MWANGA KABAKA WE BUGANDA

EKITABO EKITUKUVU

EKYA KATONDA, KYEBAITA

BAIBULI,

YE

NDAGANO ENKADE NEMPYA.

EKYAKYUSIBWA MU LUGANDA.

London:
BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY.
1896.

THE HOLY BIBLE, TRANSLATED INTO LUGANDA FROM THE REVISED VERSION OF 1884.

Richard Clay & Sons, Limited, London & Bungay.

EKITABO

EKYOLUBERYEBERYE EKYA MUSA, KYEBAITA

OLUBERYEBERYE.

1

OLUBERYEBERYE Katonda yatonda egulu nensi. 1
Ensi yali njerere nga yetabudetabude; nekizikiza 2
kyali kungulu ku buziba: omwoyo gwa Kato-
nda negumamira kungulu ku ma'zi. Katonda na- 3
yogera nti Wabewo obweru. Newabawo obweru. 4
Katonda nalaba obweru nga bulungi: Katonda
nayawula wakati mu bweru nekizikiza. Katonda 5
obweru nabuita emisana, nekizikiza nakiita ekiro.
Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe)
lunaku olumu.

Katonda nayogera nti Wabewo ebanga wakati mu 6
ma'zi, lyawule ama'zi nama'zi. Katonda nasawo 7
ebanga nayawula ama'zi agali wansi webanga na-
ma'zi agali wagulu mu banga: bwekityo bwekyali.
Katonda ebanga naliita egulu. Nebuba akawunge- 8
zi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokubiri.

Katonda nayogera nti Ama'zi gakung'anire agali 9
wansi wegulu mu kifo ekimu, olukalu lulabike:
bwekityo bwekyali. Katonda olukalu naluita ensi; 10
nekung'aniro lyama'zi naliita enyanja: Katonda
nalaba nga birungi. Katonda nayogera nti Ensi 11
emere ebimera, omudo ogubala ensigo, omuti

ogwebibala, ogubala ebibala mu ngeri yagwo, ogulimu ensigo yagwo, kunsi: bwekityo bwekyali.
12 Ensi nemera ebimera, omudo ogubala ensigo mu ngeri yagwo, nomuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yagwo, mu ngeri yagwo: Katonda nalaba
13 nga birungi. Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokusatu.
14 Katonda nayogera nti Wabewo ebyaka mu banga eryegulu, byawule emisana nekiro; bibe ngobu-
15 bonero, nebiro, nenaku, nemyaka: bibe ngetabaza mu banga eryegulu byake kunsi: bwekityo
16 bwekyali. Katonda nakola ebyaka bibiri ebinene: ekyaka ekisinga obunene okufuganga emisana, nekyaka ekitono okufuganga ekiro; era nemu-
17 nyenye. Katonda nabiteka mu banga eryegulu
18 byake kunsi, bifugenga emisana nekiro, era byawulenga obweru nekizikiza: Katonda nalaba nga
19 birungi. Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokuna.
20 Katonda nayogera nti Ama'zi gazale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era nekibuka kibuke
21 kunsi mu banga eryegulu. Katonda natonda balukwata abanene, na buli ekirina obulamu ekyewalula, ama'zi kyegazala mu ngeri zabyo, na buli ekibuka ekirina ebyoya mu ngeri yakyo: Katonda
22 nalaba nga bulungi. Katonda nabiwa omukisa nayogera nti Mweyongere mwale mujuze ama'zi agomunyanja, era nebibuka byeyongere munsi.
23 Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokutano.
24 Katonda nayogera nti Ensi erete ekirina obulamu mu ngeri yakyo, ente, nekyewalula, nensolo
25 yensi mu ngeri yayo: bwekityo bwekyali. Katonda nakola ensolo yensi mu ngeri yayo, nente mu ngeri yazo, na buli ekyewalula kunsi mu ngeri
26 yakyo: Katonda nalaba nga birungi. Katonda nayogera nti Tukole omuntu mu ngeri yafe, mu kifananyi kyafe; bafugenga ebyomunyanja nebi-

buka wagulu nente nensi yona na buli ekyewalula kunsi. Katonda natonda omuntu mu ngeriye, 27
mu ngeri ya Katonda mweyamutondera; omusaja
nomukazi bweyabatonda. Katonda nabawa omu- 28
kisa: Katonda nabagamba nti Mweyongere mwale
mujuze ensi mugirye; mufugenga ebyomunyanja
nebibuka wagulu na buli ekirina obulamu eki-
tambula kunsi. Katonda nayogera nti Laba, mba- 29
wade omudo gwona ogubala ensigo, oguli kunsi
yona, na buli muti ogulimu ekibala kyomuti ogu-
bala ensigo; eri mwe guliba mere: neri buli nsolo 30
eyokunsi, na buli ekibuka wagulu, na buli ekye-
walula kunsi, ekirimu omuka omulamu, (ngiwade)
omudo gwona omubisi okubera emere: bwekityo
bwekyali. Katonda nalaba buli kyakoze; era, 31
laba, kirungi nyo. Nebuba akawungezi, nebuba
enkya, (olwo lwe) lunaku olwomukaga.

2

Nebigwa okukola egulu nensi negye lyabyo 1
lyona. Katonda namalira ku lunaku olwomusanvu 2
emirimugye gyeyakola; nawumulira ku lunaku
olwomusanvu mu mirimugye gyona gyeyakola.
Katonda naluwa omukisa olunaku olwomusanvu 3
nalutukuza: kubanga olwo lweyawumuliramu mu
mirimugye gyona Katonda gyeyatonda gyeyakola.
Bwerityo ezade eryegulu nensi bweryatondebwa, 4
ku lunaku Mukama Katonda lweyakolerako ensi
negulu. Na buli muti ogwomunsiko nga tegunaba 5
kuberawo munsi, na buli mudo ogwomunsiko
nga tegunaba kumera: kubanga Mukama Katonda
yali nga tanaba kutonyesa nkuba kunsi, songa
tewali muntu alima ensi; naye olufu nerulinya 6
okuva munsi, nerutonya ama'zi kunsi yona. Mu- 7
kama Katonda nabumba omuntu nenfufu yensi,
namufuwamu mu nyindo omuka ogwobulamu;
omuntu nafuka omuka omulamu. Mukama Ka- 8
tonda nasimba olusuku mu Adeni ku luwi olwe-

ogwebibala, ogubala ebibala mu ngeri yagwo, ogulimu ensigo yagwo, kunsi: bwekityo bwekyali.
12 Ensi nemera ebimera, omudo ogubala ensigo mu ngeri yagwo, nomuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yagwo, mu ngeri yagwo: Katonda nalaba
13 nga birungi. Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokusatu.
14 Katonda nayogera nti Wabewo ebyaka mu banga eryegulu, byawule emisana nekiro; bibe ngobu-
15 bonero, nebiro, nenaku, nemyaka: bibe ngetabaza mu banga eryegulu byake kunsi: bwekityo
16 bwekyali. Katonda nakola ebyaka bibiri ebinene: ekyaka ekisinga obunene okufuganga emisana, nekyaka ekitono okufuganga ekiro; era nemu-
17 nyenye. Katonda nabiteka mu banga eryegulu
18 byake kunsi, bifugenga emisana nekiro, era byawulenga obweru nekizikiza: Katonda nalaba nga
19 birungi. Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokuna.
20 Katonda nayogera nti Ama'zi gazale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era nekibuka kibuke
21 kunsi mu banga eryegulu. Katonda natonda balukwata abanene, na buli ekirina obulamu ekyewalula, ama'zi kyegazala mu ngeri zabyo, na buli ekibuka ekirina ebyoya mu ngeri yakyo: Katonda
22 nalaba nga bulungi. Katonda nabiwa omukisa nayogera nti Mweyongere mwale mujuze ama'zi agomunyanja, era nebibuka byeyongere munsi.
23 Nebuba akawungezi, nebuba enkya, (olwo lwe) lunaku olwokutano.
24 Katonda nayogera nti Ensi erete ekirina obulamu mu ngeri yakyo, ente, nekyewalula, nensolo
25 yensi mu ngeri yayo: bwekityo bwekyali. Katonda nakola ensolo yensi mu ngeri yayo, nente mu ngeri yazo, na buli ekyewalula kunsi mu ngeri
26 yakyo: Katonda nalaba nga birungi. Katonda nayogera nti Tukole omuntu mu ngeri yafe, mu kifananyi kyafe; bafugenga ebyomunyanja nebi-

buka wagulu nente nensi yona na buli ekyewalula kunsi. Katonda natonda omuntu mu ngeriye, 27
mu ngeri ya Katonda mweyamutondera; omusaja
nomukazi bweyabatonda. Katonda nabawa omu- 28
kisa: Katonda nabagamba nti Mweyongere mwale
mujuze ensi mugirye; mufugenga ebyomunyanja
nebibuka wagulu na buli ekirina obulamu eki-
tambula kunsi. Katonda nayogera nti Laba, mba- 29
wade omudo gwona ogubala ensigo, oguli kunsi
yona, na buli muti ogulimu ekibala kyomuti ogu-
bala ensigo; eri mwe guliba mere: neri buli nsolo 30
eyokunsi, na buli ekibuka wagulu, na buli ekye-
walula kunsi, ekirimu omuka omulamu, (ngiwade)
omudo gwona omubisi okubera emere: bwekityo
bwekyali. Katonda nalaba buli kyakoze; era, 31
laba, kirungi nyo. Nebuba akawungezi, nebuba
enkya, (olwo lwe) lunaku olwomukaga.

2

Nebigwa okukola egulu nensi negye lyabyo 1
lyona. Katonda namalira ku lunaku olwomusanvu 2
emirimugye gyeyakola; nawumulira ku lunaku
olwomusanvu mu mirimugye gyona gyeyakola.
Katonda naluwa omukisa olunaku olwomusanvu 3
nalutukuza: kubanga olwo lweyawumuliramu mu
mirimugye gyona Katonda gyeyatonda gyeyakola.
Bwerityo ezade eryegulu nensi bweryatondebwa, 4
ku lunaku Mukama Katonda lweyakolerako ensi
negulu. Na buli muti ogwomunsiko nga tegunaba 5
kuberawo munsi, na buli mudo ogwomunsiko
nga tegunaba kumera: kubanga Mukama Katonda
yali nga tanaba kutonyesa nkuba kunsi, songa
tewali muntu alima ensi; naye olufu nerulinya 6
okuva munsi, nerutonya ama'zi kunsi yona. Mu- 7
kama Katonda nabumba omuntu nenfufu yensi,
namufuwamu mu nyindo omuka ogwobulamu;
omuntu nafuka omuka omulamu. Mukama Ka- 8
tonda nasimba olusuku mu Adeni ku luwi olwe-

9 buvanjuba; namuteka omwo omuntu gweyabumba. Mukama Katonda nameza munsi buli muti
ogusanyusa amaso, omulungi okulya; nomuti
ogwobulamu wakati mu lusuku, nomuti ogwoku-
10 manya obulungi nobubi. Omuga negusibuka mu
Adeni okufukirira ama'zi mu lusuku; negwawu-
11 kanamu negufuka emitwe ena. Ogwoluberye-
berye erinya lyagwo Pisoni; ogwo gwe gwetolola
12 ensi yona eya Kavira, erimu zabu; ne zabu eyomu-
nsi eri nungi: mulimu bedola namainja sokamu.
13 Nerinya lyomuga ogwokubiri Gikoni: ogwo gwe
14 gwetolola ensi yona eya Kusi. Nerinya lyomuga
ogwokusatu Kidekeri: ogwo gwe guita ku ma-
15 bali Gebwasuli. Nomuga ogwokuna Firati. Muka-
ma Katonda namutwala omuntu, namuteka mu
16 lusuku Adeni alulime alukume. Mukama Kato-
nda namulagira omuntu namugamba nti Buli
17 muti ogwomulusuku olyangako nga bwonoyaga-
langa: naye omuti ogwokumanya obulungi nobubi
togulyangako: kubanga olunaku lwoligulyako
tolirema kufa.
18 Mukama Katonda nayogera nti Si kirungi
omuntu okubera yeka; namukolera omubezi
19 amusanira. Mukama Katonda nakola netaka
buli nsolo eyomunsiko, na buli ekibuka wagulu;
nabimuletera omuntu, okulaba bwanabiita: nomu-
ntu buli lyeyaita ekitonde kyona ekiramu eryo
20 lye linya lyakyo. Omuntu nabituma amanya
buli nsolo nekibuka wagulu na buli nsolo eyomu-
nsiko; naye omuntu nga tanalaba mubezi amu-
sanira.
21 Mukama Katonda namuletera omuntu otulo
tungi, neyebaka; namugyamu olubirizi lumu,
22 na'zawo enyama mu kifo kyalwo. Mukama Katonda
nazimba olubirizi, lwagye mu muntu, okuba
23 omukazi, namuleta eri omuntu. Omuntu nayo-
gera nti Ono 'no lye gumba erivude mu magumba
gange, ye nyama evude mu nyama yange: naye

aliitibwa mukazi, kubanga agyidwa mu musaja.
Omusaja kyaliva alekanga kitawe ne nyina, 24
neyetaba ne mukaziwe: nabo baliba omubiri
gumu. Bombi bali bwerere, omusaja ne mukaziwe, 25
so tebakwatibwa nsonyi.

3

Nomusota gwali mukabakaba okusinga ensolo 1
zona ezomunsiko, zeyakola Mukama Katonda. Ne-
gumugamba omukazi nti Bwatyo bweyayogera
Katonda nti Temulyanga ku miti gyona egyomu-
lusuku? Omukazi nagugamba omusota nti Ebi- 2
bala byemiti egyomulusuku tulya; wabula ebibala 3
byomuti oguli wakati mu lusuku, Katonda yayo-
gera nti Temugulyangako newakubade okugukwa-
tako muleme okufa. Omusota negumugamba 4
omukazi nti Okufa temulifa. Kubanga Katonda 5
amanyi nti olunaku lwemuligulyako mwe, amaso
gamwe lwegalizibuka, namwe muliba nga Ka-
tonda okumanya obulungi nobubi. Omukazi 6
bweyalaba ngomuti mulungi okulya, era nga
gusanyusa amaso, nomuti nga gwa kwegombebwa
okuleta amagezi, nanoga ku bibala byagwo nalya;
namuwa era ne musajawe wamu naye, nalya.
Amaso gabwe bombi negazibuka nebetegera nga 7
bali bwerere; nebatunga amalagala gemituba nebe-
kolera ebyokwambala. Nebaliwulira edobozi lya 8
Mukama Katonda ngatambula mu lusuku mu
kisera ekyempewo: omusaja ne mukaziwe nebe-
kweka mu maso ga Mukama Katonda wakati
mu miti egyomulusuku. Mukama Katonda na- 9
muita omusaja namugamba nti Oliruwiwa? Na- 10
yogera nti Mpulide edoboziryo mu lusuku, nentya,
kubanga mbade bwerere; nenekweka. Nayogera 11
nti Ani eyakubulira nti obade bwerere? Olide
ku muti gwenakulagira obutagulyangako? Omu- 12
saja nayogera nti Omukazi, gwewampa okubera
nange, ye yampade ku muti, nendya. Mukama 13

Katonda namugamba omukazi nti Kiki kino kyokoze? Omukazi nayogera nti Omusota gunse-
14 nzesenze, nendya. Mukama Katonda nagugamba omusota nti Kubanga okoze kino, okolimidwa gwe okusinga ensolo ezomunyumba zona, nokusinga buli nsolo eyomunsiko; onotambuzanga olubuto, onolyanga enfufu enaku zona ezobulamu-
15 bwo: nange obulabe ndibuteka wakatiwo nomukazi, era ne wakati wezaderyo nezade lyomukazi: (ezade lyomukazi) lirikubetenta omutwe, nawe
16 oliribetenta ekisinziro. Namugamba omukazi nti Okwongera ndikwongerako obulumibwo nokuberakwo olubuto; mu bulumi mwonozaliranga abana; nokwegombakwo kulibera eri musajawo, naye
17 alikufuga. Namugamba Adamu nti Kubanga owulide edobozi lya mukaziwo, nolya ku muti gwenakulagira nga njogera nti Togulyangako: ensi ekolimidwa kululwo; mu kutegana mwonogyanga
18 ebyokulya enaku zona ezobulamubwo; amagwa namatovu gerikuzalira; nawe onolyanga omudo
19 ogwomunimiro. Mu ntuyo ezomumasogo mwonoliranga emere, okutusa lwolida mu taka; kubanga omwo mwewagyibwa; kubanga oli nfufu gwe,
20 ne mu nfufu mwolida. Omusaja natuma mukaziwe erinyalye Kawa; kubanga oyo ye nyina
21 wabo bona abalamu. Mukama Katonda nabakolera Adamu ne mukaziwe ebyambalo byamaliba, nabambaza.
22 Mukama Katonda nayogera nti Laba, omuntu afuse ngomu kufe, okumanya obulungi nobubi; kale kakano, aleme okugolola omukonogwe okunoga ku muti ogwobulamu, okulya okuwangala
23 emirembe nemirembe; Mukama Katonda kyeyava amugya mu lusuku Adeni, alimenga etaka mwe-
24 yagyibwa. Bwatyo namugoba omuntu; na'zamu ebuvanjuba mu lusuku Adeni bakerubi, era nekitala ekimyansa ekikyukakyuka okulikuma ekubo eryomuti ogwobulamu.

4

ADAMU namumanya Kawa mukaziwe; nabera 1
olubuto, nazala Kaini, nayogera nti Mperedwa
omusaja eri Mukama. Era nate nazala muganda- 2
we Abiri. Abiri naba musumba wa ndiga, naye
Kaini naba mulimi wa taka. Awo enaku bwezai- 3
tawo Kaini nalyoka aleta ebibala byetaka okubi-
wayo eri Katonda. Abiri naye naleta ku bana 4
bendigaze ababeryeberye namasavu gazo. Mukama
namukiriza Abiri nekyawadeyo: naye Kaini ne-
kyawadeyo teyamukiriza. Kaini nasunguwala nyo, 5
amasoge negononeka. Mukama namugamba Kaini 6
nti Kiki ekikusunguwaza? era kiki ekikwononesa
amasogo? Bwolikola obulungi, tolikirizibwa? 7
Bwotokola bulungi, ekibi kitula ku lugi: nokwe-
gombakwe kuliba eri gwe, nawe olimufuga.
Kaini nayogera ne Abiri mugandawe. Awo bwe- 8
bali nga bali mu nimiro, Kaini nalyoka amugolo-
kokerako Abiri mugandawe namu'ta. Mukama 9
namugamba Kaini nti Aliwa Abiri mugandawo?
Nayogera nti Simanyi: nze mukumi wa muganda
wange? Nayogera nti Okoze ki? edobozi lyo- 10
musai gwa mugandawo gunkabirira munsi. Kale 11
kakano okolimidwa munsi, eyasami'za akamwa
kayo okuwebwa omusai gwa mugandawo mu mu-
konogwo: bwolirima ensi, okuva kakano teri- 12
kuwa manyi gayo; munsi oliba momboze era
omutambuze. Kaini namugamba Mukama nti 13
Okubonerezebwa kwange tekuinzika kugumikiri-
zibwa. Laba, ongobye lero mu maso gensi; era 14
mu masogo mwendyekweka; era ndiba momboze
era omutambuze munsi; awo oiulituka buli alin-
daba, alinzi'ta. Mukama namugamba nti Buli 15
ali'ta Kaini kyaliva awalanwa egwanga emirundi
omusanvu. Mukama namutekako Kaini akabonero
buli amulaba aleme okumu'ta.

Kaini nava mu maso ga Mukama, natula munsi 16

17 Yenoda mu maso ga Adeni. Kaini namumanya
mukaziwe; nabera olubuto, nazala Enoka: nazi-
mba ekibuga, nakituma Enoka ngerinya lyo-
18 mwanawe. Ne Enoka nazala Irada: Irada
nazala Mekuyaeri: Mekuyaeri nazala Mesusaeri:
19 Mesusaeri nazala Lameka. Lameka nawasa aba-
kazi babiri; owoluberyeberye erinyalye Ada, no-
20 wokubiri erinyalye Zira. Ada nazala Yabali:
oyo ye kitabwe wabo abatula mu wema nga ba-
21 lunda. Nerinya lya mugandawe Yubali; oyo ye
22 kitabwe wabo abakuba enanga nomulere. Nate
Zira nazala Tubalikaini, omuwesi wa buli ekisala
ekyekikomo nekyekyuma: ne mwanyina Tubali-
23 kaini ye Naama. Lameka nabagamba bakazibe nti

Ada ne Zira, muwulire edobozi lyange;
Mwe abakazi ba Lameka, muwulire ekigambo
kyange:
Kubanga na'ta omusaja kubanga yanfumita
nze,
Era omuvubuka kubanga yambetenta nze:
24 Obanga Kaini aliwalanirwa egwanga emirundi
musanvu,
Lameka aliwalanirwa emirundi nsanvu mu
musanvu.

25 Adamu namumanya nate mukaziwe; nazala
omwana owobulenzi, namutuma erinyalye Sezi:
Kubanga Katonda yandagiririra ezade edala okuda
mu kifo kya Abiri; kubanga Kaini yamu'ta.
26 Sezi naye nazala omwana owobulenzi; namutuma
erinyalye Enosi: mu biro ebyo mwebasokera oku-
saba erinya lya Mukama.

5

1 Kino kye kitabo ekyokuzalibwa kwa Adamu.
Olunaku Katonda lweyamutonderamu omuntu, mu
2 kifananyi kya Katonda mweyamukolera; omusaja
nomukazi bweyabatonda; nabawa omukisa, na-
batuma erinya lyabwe Adamu ku lunaku lweba-

tonderwamu. Adamu namala emyaka kikumi 3
mwasatu, nazala mu kifananyikye, mu ngeriye;
namutuma erinyalye Sezi: enaku za Adamu 4
bweyamala okuzala Sezi emyaka lunana, nazala
abana abobulenzi nabobuwala. Enaku zona eza 5
Adamu zeyamala neziba emyaka lwenda mwasatu;
nafa.

Sezi namala emyaka kikumi mwetano, nazala 6
Enosi. Sezi nawangala bweyamala okuzala Enosi 7
emyaka lunana mu musanvu, nazala abana abo-
bulenzi nabobuwala: enaku zona eza Sezi neziba 8
emyaka lwenda mu kumi nebiri; nafa.

Enosi namala emyaka kyenda, nazala Kenani: 9
Enosi nawangala bweyamala okuzala Kenani 10
emyaka lunana mu kumi netano, nazala abana
abobulenzi nabobuwala: enaku zona eza Enosi 11
neziba emyaka lwenda mwetano; nafa.

Kenani namala emyaka nsanvu, nazala Maka- 12
laleri: Kenani nawangala bweyamala okuzala 13
Makalaleri emyaka lunana mwana, nazala abana
abobulenzi nabobuwala: enaku zona eza Kenani 14
neziba emyaka lwenda mu kumi; nafa.

Makalaleri namala emyaka nkaga mwetano, 15
nazala Yaleda: Makalaleri nawangala bweyamala 16
okuzala Yaleda emyaka lunana mwasatu, nazala
abana abobulenzi nabobuwala: enaku zona eza 17
Makalaleri neziba emyaka lunana mu kyenda
mwetano; nafa.

Yaleda namala emyaka kikumi mu nkaga 18
mwebiri, nazala Enoka: Yaleda nawangala bweya- 19
mala okuzala Enoka emyaka lunana, nazala abana
abobulenzi nabobuwala: enaku zona eza Yaleda 20
neziba emyaka lwenda mu nkaga mwebiri; nafa.

Enoka namala emyaka nkaga mwetano, nazala 21
Mesusera: Enoka natambulira wamu ne Katonda 22
bweyamala okuzala Mesusera emyaka bisatu, nazala
abana abobulenzi nabobuwala: enaku zona eza 23
Enoka neziba emyaka bisatu mu nkaga mwetano:

24 Enoka natambulira wamu ne Katonda: so nata-
berawo; kubanga Katonda yamutwala.
25 Mesusera namala emyaka kikumi mu kinana mu
26 musanvu, nazala Lameka: Mesusera nawangala
bweyamala okuzala Lameka emyaka lusanvu mu
kinana mwebiri, nazala abana abobulenzi nabo-
27 buwala: enaku zona eza Mesusera neziba emyaka
lwenda mu nkaga mu mwenda; nafa.
28 Lameka namala emyaka kikumi mu kinana
29 mwebiri, nazala omwana owobulenzi: namutuma
erinyalye Nuwa, ngayogera nti Ono yalitusanyusa
mu mulimu gwafe ne mu kutegana okwemikono
30 gyafe olwensi Mukama gyeyakolimira. Lameka
nawangala bweyamala okuzala Nuwa emyaka
bitano mu kyenda mwetano, nazala abana abo-
31 bulenzi nabobuwala: enaku zona eza Lameka
neziba emyaka lusanvu mu nsanvu mu musanvu;
nafa.
32 Nuwa yali nga yakamala emyaka bitano: Nuwa
nazala Semu, Kamu, ne Yafesi.

6

1 Awo abantu bwebasoka okweyongera kunsi,
2 nebazala abana abobuwala, abana ba Katonda
nebalaba abawala babantu nga balungi; nebawasa
3 abakazi mu bona bebalonda. Mukama nayogera
nti Omwoyo gwange teguliwakana na muntu emi-
rembe nemirembe, kubanga naye gwe mubiri:
naye enakuze ziriba emyaka kikumi mwabiri.
4 Mu biro ebyo waliwo Abanefiri munsi, era oluva-
nyuma, abana ba Katonda bwebaingira eri abawala
babantu, nebabazalira abana: bano be bamānyi
5 abasoka eda, abantu abayatikirira. Mukama
nalaba obubi bwomuntu nga bungi munsi, na buli
kufumitiriza kwebirowozo ebyomumutimagwe
nga kubi kwerere bulijo. Mukama neyejusa ku-
6 banga yamukola omuntu munsi, nanakuwala mu
7 mutimagwe. Mukama nayogera nti Ndimusangula

omuntu gwenatonda, okuva munsi ; okusokera ku
muntu, nensolo, nekyewalula nekibuka wagulu ;
kubanga nejusi'za kubanga nabikola. Naye Nuwa 8
nalaba ekisa mu maso ga Katonda.

Kuno kwe kuzala kwa Nuwa. Nuwa yali mutu- 9
kirivu, nga talina kabi mu mirembegye : Nuwa
natambulira wamu ne Katonda. Nuwa nazala 10
abana basatu, Semu, Kamu, ne Yafesi. Ensi 11
neyononeka mu maso ga Katonda, ensi nejula
edalu. Katonda nalaba ensi, ngeyononese ; ku- 12
banga ekirina omubiri kyona kyali nga kimaze
okwonona ekubo lyakyo kunsi.

Katonda namugamba Nuwa nti Enkomerero ya 13
buli ekirina omubiri etuse mu maso gange, ku-
banga ensi ejude edalu kulwabwe ; kale, laba,
ndibazikiriza wamu nensi. Wekolere eryato 14
nomuti gofera ; osalangamu enyumba mu lyato,
osige munda ne kungulu envumbo. Bwotyo 15
bwokolanga : emikono ebikumi bisatu obuwanvu
bweryato, nemikono atano obugazi bwalyo, nemi-
kono asatu obugulumivu bwalyo. Osalangako 16
ekituli ku lyato, era ngomukono (gumu) bwoli-
mala wagulu ; nomuzigo gweryato ogutekanga mu
mbirizi zalyo ; okolanga eryato nga lirina enyumba
eyawansi, neyokubiri, neyokusatu. Nange, laba, 17
nze ndireta amataba agama'zi kunsi, okuzikiriza
ekirina omubiri kyona ekirimu omuka ogwobula-
mu wansi wegulu ; buli ekiri munsi kirifa. Naye 18
ndiragana endagano yange nawe ; oliingira mu
lyato, gwe nabanabo, ne mukaziwo, nabakazi
babanabo wamu nawe. Ne mu buli kiramu 19
mu birina omubiri byona, bibiri bibiri mu
buli ngeri byolireta mu lyato, biryoke bibere ebi-
ramu awamu nawe ; biriba ekisaja nekikazi. Mu 20
bibuka mu ngeri yabyo, munte mu ngeri yazo, mu
buli ekyewalula ekyomunsi mu ngeri yakyo, mu
buli ngeri bibiri bibiri birija gyoli, bibe ebiramu.
Nawe wetwalire ku mere yona eribwa, ogyeku- 21

22 ng'anyize; eriba mere gyoli gwe nabyo. Nuwa nakola bwatyo; nga byona Katonda byeyamulagira bwatyo bweyakola.

7

1 Mukama namugamba Nuwa nti Ingira gwe nenyumbayo yona mu lyato, kubanga nkulabye ngoli mutukirivu mu maso gange mu mirembe
2 gino. Mu buli nsolo enongofu twala musanvu musanvu ensaja nenkazi yayo; era ne mu nsolo
3 ezitali nongofu biri, ensaja nenkazi yayo; era ne mu bibuka wagulu, musanvu musanvu, ekisaja nekikazi: ezade liryoke libe edamu kunsi yona.
4 Kubanga oluvanyuma lwenaku omusanvu nze nditonyesa enkuba kunsi enaku amakumi ana emisana nekiro; nange ndisangula buli kintu
5 ekiramu kyenakola okuva mu taka. Nuwa byona nabikola nga Katonda bweyamulagira.
6 Naye Nuwa yali nga yakamala emyaka lukaga,
7 amataba agama'zi bwegabera kunsi. Nuwa naingira nabanabe ne mukaziwe nabakazi babanabe awa-
8 mu naye mu lyato olwama'zi gamataba. Mu nsolo enongofu, ne mu nsolo ezitali nongofu, ne mu
9 bibuka, ne mu buli ekyewalula kunsi, bibiri bibiri nebiingira eri Nuwa mu lyato, ekisaja nekikazi nga
10 Katonda bweyamulagira Nuwa. Awo olwatuka oluvanyuma lwenaku omusanvu ziri, ama'zi aga-
11 mataba negabat kunsi. Mu mwaka ogwolukaga ogwobulamu bwa Nuwa, mu mwezi ogwokubiri, ku lunaku olwekumi nomusanvu olwomwezi, ku lunaku olwo nezizibukuka ensulo zona ezomunyanja
12 enene, nebituli ebyomugulu nebiguka. Enkuba netonyera kunsi enaku amakumi ana emisana nekiro.
13 Ku lunaku olwo Nuwa naingira ne Semu ne Kamu ne Yafesi, abana ba Nuwa, ne mukazi wa Nuwa nabakazi abasatu ababanabe awamu nabo, mu lya-
14 to; abo na buli nsolo mu ngeri yayo, nente zona mu ngeri yazo, na buli ekyewalula kunsi mu ngeri

yakyo, na buli ekibuka mu ngeri yakyo, buli nyonyi
eya buli kiwawatiro. Nebiingira eri Nuwa mu 15
lyato bibiri bibiri mu buli nyama yona erimu
omuka ogwobulamu. Ebyaingira nebiingira eki- 16
saja nekikazi mu buli nyama, nga Katonda bwe-
yamulagira: Mukama namugalira munda. Ama- 17
taba negabera kunsi enaku amakumi ana; ama'zi
negeyongera negasitula eryato, neriwanikibwa wa-
gulu wensi. Ama'zi negafuga, negeyongera nyo 18
kunsi; eryato neriseyeya kungulu ku ma'zi.
Ama'zi negainza nyo kunsi; ensozi zona empanvu 19
nezisanikirwa ezali wansi wegulu lyona. Emikono 20
kumi netano okugenda wagulu ama'zi bwegainza;
ensozi nezisanikirwa. Buli nyama etambula kunsi 21
nefa, ekibuka, nente, nensolo na buli ekyewalula
kunsi, na buli muntu yena: byona ebyalimu omu- 22
ka ogwomwoyo ogwobulamu mu nyindo zabyo, mu
byona ebyali mu lukalu, nebifa. Nasangula buli 23
kintu kiramu ekyali kungulu ku taka, omuntu,
nente, nekyewalula, nekibuka wagulu; nebisangu-
libwa kunsi: Nuwa nasigalawo yeka, nabo abali
awamu naye mu lyato. Ama'zi negainza kunsi 24
enaku kikumi mwatano.

8

Katonda namujukira Nuwa na buli kiramu na 1
buli nte eyali awamu naye mu lyato: Katonda
naleta empewo ziite kunsi, ama'zi negawebuka;
era nensulo ezenyanja nebituli ebyomugulu nebiga- 2
lirwa, enkuba eyomugulu neziizibwa; ama'zi ne- 3
gada okuva kunsi obutayosa: negawebuka ama'zi
oluvanyuma enaku ekikumi mwatano bwezaitawo.
Mu mwezi ogwomusanvu, ku lunaku olwekumi 4
nomusanvu olwomwezi eryato neritula ku nsozi za
Alalati. Ama'zi negawebuka obutayosa okutusa 5
ku mwezi ogwekumi: mu mwezi ogwekumi, ku
lunaku olwoluberyeberye olwomwezi entiko zensozi
nezirabika. Awo oluvanyuma lwenaku amakumi 6

ana Nuwa nasumululula ekituli ekyeryato kyeya-
7 kola: natuma namung'ona nafuluma nading'ananga
8 okutusa ama'zi lwegakalira kunsi. Natuma ejiba
okuva wali alyoke alabe ngama'zi gawebuse ku-
9 ngulu kunsi; naye ejiba teryalaba banga wa ku-
wumuza ekigere kyalyo, nerikomawo gyali mu
lyato, kubanga ama'zi gali kungulu kunsi yona:
nafulumya omukonogwe, nalikwata naliingiza
10 mwali mu lyato. Nayosawo enaku musanvu nate;
11 nate natuma ejiba okuva mu lyato; ejiba neriko-
mawo olwegulo mwali; laba, mu kamwa kalyo
(nemuba) akalagala akabisi akomuzeituni: Nuwa
nalyoka amanya nti ama'zi gawebuse okuva kunsi.
12 Nayosawo enaku musanvu nate; natuma ejiba;
13 awo oluvanyuma teryakomawo nate gyali. Awo
mu mwaka ogwolukaga mu gumu, mu mwezi
ogwoluberyeberye, ku lunaku olwoluberyeberye
olwomwezi, ama'zi negakalira kunsi: Nuwa nagya-
ko ekyasanikira eryato, natunulira, laba, kungulu
14 kunsi nga kukalide. Mu mwezi ogwokubiri, ku
lunaku olwamakumi abiri mu musanvu olwo-
mwezi, ensi nekalira.
15, 16 Katonda namugamba Nuwa nti Va mu lyato,
gwe, ne mukaziwo, nabanabo, nabakazi babanabo,
17 awamu nawe. Ofulumye wamu nawe buli kiramu
ekiri awamu nawe mu buli nyama yona, ekibuka
nente na buli ekyewalula kunsi; bizale bibune
18 munsi, byale byeyongere kunsi. Nuwa nafuluma,
nabanabe ne mukaziwe nabakazi babanabe awamu
19 naye: buli nsolo, buli ekyewalula, na buli ekibuka,
buli ekitambula kyona kunsi, mu bika byabyo,
20 nebifuluma mu lyato. Nuwa namuzimbira Muka-
ma ekyoto; nalonda ku nsolo zona enongofu, ne ku
bibuka byona ebirongofu, nawerayo ebiwebwayo
21 ebyokebwa ku kyoto. Mukama nawulira evumbe
edungi; Mukama nayogera mu mutimagwe nti
Ensi sikyagikolimira nate oluvanyuma kulwo-
muntu; kubanga okulowoza okwomumutima gwo-

muntu kubi okuva mu butobwe; so sikyakuba
nate oluvanyuma buli kiramu, nga bwenkoze.
Ensi ngekyaliwo,okusiga nokukungula, era empe- 22
wo nolubugumu, era ekyeya ne togo, era emisana
nekiro tebirigwawo. Katonda nabawa Nuwa 9
nabanabe omukisa, nabagamba nti Mwale, mwe-
yongere, mujule ensi. Nekitibwa kyamwe nentisa 2
yamwe biribera ku buli nsolo eyensi, ne ku buli
nyonyi eyawagulu; era ne byona ebijuza olukalu,
nebyenyanja byona, biweredwayo mu mukono
gwamwe. Buli kiramu ekitambula kiribera kya 3
kulya gyemuli; ngomudo ogumera byona mbibawade. Naye enyama awamu nobulamu bwayo, 4
gwe musai gwayo, temugiryanga. Era omusai gwa- 5
mwe, ogwobulamu bwamwe, sirirema kuguvunana; eri buli nsolo ndiguvunana: neri omuntu,
eri buli muganda womuntu, ndivunana obulamu
bwomuntu. Buli muntu anayiwanga omusai 6
gwomuntu, omusaigwe guyiibwenga abantu: kubanga mu kifananyi kya Katonda mweyakolera
abantu. Namwe mwale mweyongere; muzale 7
nyo kunsi, mweyongere omwo.

Katonda namugamba Nuwa nabanabe awamu 8
naye, nti Nange, laba, nyuwezeza endagano yange 9
namwe era nezade lyamwe eriridawo; era ne 10
buli kiramu ekiri awamu namwe, enyonyi, ente,
na buli nsolo eyensi awamu namwe; byona ebiva
mu lyato, buli nsolo eyensi. Nange ndinyuweza 11
endagano yange namwe; so ebirina omubiri
byona tebikyazikirizibwa nate mulundi gwa
kubiri nama'zi agamataba; so tewakyabawo mataba nate mulundi gwa kubiri okuzikiriza ensi.
Katonda nayogera nti Kano ke kabonero ake- 12
ndagano gyendagana nze namwe na buli kitonde
kiramu ekiri namwe, okutusa emirembe egitaligwawo: nteka musoke wange ku kire, era aliba 13
kabonero akendagano gyendaganye nensi. Awo 14
olunatukanga, bwenaletanga ekire kunsi, musoke

15 analabikiranga ku kire, nange najukiranga endaga-
no yange, gyendaganye nze namwe na buli kitonde
kiramu ekirina omubiri kyona; nama'zi tegalifuka
16 nate mataba okuzikiriza omubiri gwona. Ne mu-
soke anabanga ku kire; nange namutunuliranga,
njijukire endagano eteridiba Katonda gyalaganye
na buli kitonde ekiramu ekirina omubiri kyona
17 ekiri munsi. Katonda namugamba Nuwa nti
Ako ke kabonero akendagano gyenyuwezeza nze
na buli ekirina omubiri ekiri munsi.
18 Nabana ba Nuwa, abava mu lyato, Semu, ne
Kamu, ne Yafesi: ne Kamu ye yamuzala Kanani.
19 Abo bonsatule Nuwa beyazala: nabazukulu babo
be babuna ensi zona.
20 Nuwa natanula okuba omulimi, nasimba olu-
21 suku olwemizabibu: nanywa ku mwenge (gwalwo),
22 natamira; nakunamira mu wemaye. Kamu, ye
yazala Kanani, nalaba ensonyi za kitawe, nabulira
23 bagandabe ababiri abali ebweru. Semu ne Yafesi
nebatola ekyambalo, nebakiteka ku bibegabega bya-
bwe bombi, nebatambula ekyenyumanyuma, ne-
babika ku nsonyi za kitabwe; era amaso gabwe
nga gatunulira nyuma, nebatalaba nsonyi za
24 kitabwe. Nuwa natamirukuka mu mwengegwe,
25 namanya omwanawe omuto bweyamukola. Nayo-
gera nti

Kanani akolimirwe;
Aliba mudu wabadu eri bagandabe.

26 Era yayogera nti
Mukama yebazibwe, Katonda wa Semu;
Era Kanani abere muduwe.
27 Katonda agaziye Yafesi,
Era atule mu wema za Semu;
Era Kanani abere muduwe.
28 Nuwa nawangala amataba nga gamaze okubawo
29 emyaka bisatu mwatano. Nenaku zona eza Nuwa
zali myaka lwenda mwatano: nafa.

10

Ne kuno kwe kuzala kwabana ba Nuwa, Semu, Kamu, ne Yafesi: abana nebabazalirwa amataba nga gamaze okubawo. Abana ba Yafesi; Gomera, ne Magoga, ne Madai, ne Yavani, ne Tubali, ne Meseka, ne Tirasi. Nabana ba Gomera; Asikenazi, ne Lifasi, ne Togalama. Nabana ba Yavani; Erisa, ne Talasisi, Kitimu, ne Dodanimu. Abo be bagabirwa ebizinga ebyamawanga munsi zabwe, buli muntu ngolulimirwe bwerwali; ngebika byabwe bwebyali, mu mawanga gabwe. Nabana ba Kamu; Kusi, ne Miziraimu, ne Puti, ne Kanani. Nabana ba Kusi; Seba, ne Kavira, ne Sabata, ne Lama, ne Sabateka: nabana ba Lama; Seba, ne Dedani. Kusi nazala Nimiroda; natanula okuba owamanyi munsi. Yali mui'zi wa manyi mu maso ga Mukama: kyekiva kyogerwa nti Nga Nimiroda omui'zi owamanyi mu maso ga Mukama. Nokusoka kwobwakababakabwe kwali Baberi, ne Ereka, ne Akada, ne Kaline, munsi Sinala. Nava munsi omwo nagenda mu Bwasuli, nazimba Nineve, ne Lekobosiira, ne Kala, ne Leseni ekiri wakati wa Nineve ne Kala [ekyo kye kibuga ekinene]. Miziraimu nazala Ludimu, ne Anamimu, ne Lekabimu, ne Nafatukimu, ne Pasirusimu, ne Kasalukimu [omwava Abafirisiti], ne Kafutolimu.

Kanani nazala Zidoni omuberyeberyewe, ne Kesi; Nomuyebusi, Nomwamoli, Nomugirigasi; Nomukivi, Nomwalaki, Nomusini; Nomwalavada, Nomuzemali, Nomukamasi: nebika Ebyomukanani nebidirira (abo) okubuna. Nensalo Eyomukanani yava mu Zidoni, ngogenda Egerala, netuka ku Gaza; era yatuka ku Lasa, ngogenda Esodoma ne Gomola ne Adama ne Zeboimu. Abo be bana ba Kamu, ebika byabwe nga bwebyali, nenimi zabwe, munsi zabwe, mu mawanga gabwe.

21 Era ne Semu, jaja wabana bona aba Ebera,
muganda wa Yafesi omukulu, naye naza-
22 lirwa abana. Abana ba Semu; Eramu, ne Asuli,
23 ne Alapakasada, ne Luda, ne Alamu. Nabana ba
24 Alamu; Uzi, ne Kuli, ne Gesera, ne Masi. Ne
Alapakasada nazala Sera; Sera nazala Ebera.
25 Ebera nazalirwa abana babiri: erinya lyomu
Perega; kubanga mu nakuze ensi zona mwezaga-
26 birwa; nerinya lya mugandawe Yokitani. Yoki-
tani nazala Alamodada, ne Serefu, ne Kazalama-
27 vesi, ne Yera; ne Kadolamu, ne Uzali, ne Dikira;
28,29 ne Obali, ne Abimaeri, ne Seba; ne Ofira, ne
Kavira, ne Yobabu: abo bona bana ba Yokitani.
30 Nensi gyebatulamu yava ku Mesa, ngogenda
31 Esefala, olusozi olwebuvanjuba. Abo be bana
ba Semu, ebika byabwe nga bwebyali, nenimi
zabwe, munsi zabwe, amawanga gabwe nga bwegali.
32 Ebyo bye bika ebyabana ba Nuwa, ngokuzalibwa
kwabwe bwekwali, mu mawanga gabwe: era mwabo
mwegava amawanga okwawulirwa munsi amataba
11 nga gamaze okubawo. Nensi zona zalina olulimi
2 lumu nokwogera kumu. Awo, bwebali batambula
ebuvanjuba, nebalaba olusenyi munsi Sinala;
3 nebatula omwo. Nebagambagana nti Kale no,
tukole amatofali, tugokere dala. Awo nebaba
namatofali mu kifo kyamainja, nebitosi mu kifo
4 kyenoni. Nebogera nti Kale no, twezimbire
ekibuga, nekigo, (ekiritusa) entiko yakyo mu gulu,
era twefunire erinya; tuleme okusasanira dala
5 ewala munsi zona. Mukama na'ka okulaba ekibuga
6 nekigo, abana babantu byebazimba. Mukama nayo-
gera nti Laba, abo lye gwanga limu, era bona balina
olulimi lumu; era kino kyebatanula okukola:
ne kakano tewali ekigenda okubalema, kyebagala
7 okukola. Kale no, tu'ke, tutabuliretabulire eyo
olulimi lwabwe, baleme okutegera okwogera
8 kwabwe boka na boka. Bwatyo Mukama naba-
sasanyiza dala okuva eyo okubuna ensi zona:

nebaleka okuzimba ekibuga. Erinya lyakyo 9
kyeryava litumibwa Baberi ; kubanga eyo Mukama
gyeyatabuliratabulira olulimi lwensi zona : nokuva
eyo Mukama nabasasanyiza dala okubuna ensi zona.

Kuno kwe kuzala kwa Semu. Semu yali 10
yakamaze emyaka kikumi, nazala Alapakasada
amataba nga gakamaze emyaka ebiri okubawo :
Semu nawangala bweyamala okuzala Alapakasada 11
emyaka bitano, nazala abana abobulenzi nabobu-
wala.

Alapakasada namala emyaka asatu mwetano, 12
nazala Sera : Alapakasada nawangala bweyamala 13
okuzala Sera emyaka bina mwesatu, nazala abana
abobulenzi nabobuwala.

Sera namala emyaka asatu, nazala Ebera : Sera 14
nawangala bweyamala okuzala Ebera emyaka bina 15
mwesatu, nazala abana abobulenzi nabobuwala.
Ebera namala emyaka asatu mwena, nazala Perega ; 16
Ebera nawangala bweyamala okuzala Perega 17
emyaka bina mwasatu, nazala abana abobulenzi
nabobuwala.

Perega namala emyaka asatu, nazala Leu : Perega 18
nawangala bweyamala okuzala Leu emyaka bibiri 19
mu mwenda, nazala abana abobulenzi nabobuwala.

Leu namala emyaka asatu mwebiri, nazala 20
Seruga : Leu nawangala bweyamala okuzala Se- 21
ruga emyaka bibiri mu musanvu, nazala abana
abobulenzi nabobuwala.

Seruga namala emyaka asatu, nazala Nakola: Se- 22
ruga nawangala bweyamala okuzala Nakola emya- 23
ka bibiri, nazala abana abobulenzi nabobuwala.

Nakola namala emyaka abiri mu mwenda, naza- 24
la Tera : Nakola nawangala bweyamala okuzala 25
Tera emyaka kikumi mu kumi mu mwenda,
nazala abana abobulenzi nabobuwala.

Tera namala emyaka nsanvu, nazala Ibulamu, 26
Nakola, ne Kalani.

Era kuno kwe kuzala kwa Tera. Tera yazala 27

Ibulamu, Nakola, ne Kalani ; Kalani nazala Luta.
28 Kalani nafira awali kitawe munsi mweyazalirwa,
29 mu Uli, (yensi) Eyabakalidaya. Ne Ibulamu ne Nakola nebewasiza abakazi : omukazi wa Ibulamu erinyale Salai ; nomukazi wa Nakola erinyalye Mirika, omwana wa Kalani, ye kitawe wa Mirika,
30 era kitawe wa Isika. Era Salai yali mugumba ;
31 teyalina mwana. Tera natwala Ibulamu omwanawe, ne Luta, omwana wa Kalani, omuzukuluwe, ne Salai mukamwanawe, omukazi womwanawe Ibulamu ; nebavayo nabo mu Uli, yensi Eyabakalidaya, okuingira munsi ya Kanani ; ne-
32 batuka Ekalani, nebatula eyo. Nenaku za Tera zali myaka bibiri mwetano : Tera nafira mu Kalani.

12

1 Awo Mukama namugamba Ibulamu nti Va munsiyo, era awali ekikakyo, nenyumba ya kitawo,
2 oingire munsi gyendikulaga : nange ndikufula egwanga edene, era ndikuwa omukisa, era ndikuza erinyalyo : era bera mukisa gwe : nange naba-
3 wanga omukisa abanakusabiranga gwe omukisa, noyo anakukolimiranga namukolimiranga nze : ne mugwe ebika byona ebyomunsi mwebiriwerwa
4 omukisa. Bwatyo Ibulamu nagenda, nga Mukama bweyamugamba ; ne Luta nagenda naye : Ibulamu yali yakamaze emyaka nsanvu mwetano bweyava
5 mu Kalani. Ibulamu natwala Salai mukaziwe, ne Luta omwana wa mugandawe, nebintu byabwe byona byebali bakung'anyiza, nabantu bebafunira mu Kalani ; nebavayo okuingira munsi ya Ka-
6 nani ; nebaingira munsi ya Kanani. Ibulamu naita munsi natuka mu kifo kya Sekemu, awali omuvule gwa Mole. Era Omukanani yali munsi
7 mu biro ebyo. Mukama namulabikira Ibulamu, nayogera nti Ezaderyo ndiriwa ensi eno : nazimbira eyo ekyoto eri Mukama eyamulabikira.
8 Navayo nagenda awali olusozi ku luwi olwebuva-

njuba Olwebeseri, nasimba ewemaye, Ebeseri nga
kiri ku luwi olwebugwanjuba, ne Ai ku luwi olwe-
buvanjuba: nazimbira eyo ekyoto eri Mukama,
nakabira erinya lya Mukama. Ibulamu natambula, 9
ngakyakwata ekubo eryobukika obwadyo.

Newagwa enjala munsi: Ibulamu naserengeta 10
mu Misiri, okutula omwo; kubanga enjala yali
nyingi munsi. Awo, bweyali nganatera okuingira 11
mu Misiri, nalyoka amugamba Salai mukaziwe nti
Laba, manyi nga gwoli mukazi mulungi okulaba:
kale, Abamisiri bwebalikulaba, kyebaliva bogera 12
nti Oyo ye mukaziwe: era balinzita nze, naye
gwe balikuwonya mulamu. Oyogeranga, nkwegai- 13
ride, nga gwoli mwanyinaze: ndyoke ndabe
ebirungi kububwo, nobulamu bwange buwone ku-
lulwo. Awo, Ibulamu bweyamala okuingira mu 14
Misiri, Abamisiri nebalaba omukazi nga mulungi
nyo. Nabakungu ba Falao nebamulaba, neba- 15
mutendereza eri Falao; nebatwala omukazi mu
nyumba ya Falao. Nakola bulungi Ibulamu 16
kububwe: naba nendiga, nente, nendogoi ensaja,
nabadu, nabazana, nendogoi enkazi, nengamira.
Mukama nabonyabonya Falao nenyumbaye nebi- 17
bonobono ebikulu olwa Salai mukazi wa Ibulamu.
Falao namuita Ibulamu, nayogera nti Kino kiki 18
kyonkoze? kiki ekyakulobera obutambulira nga
ye mukaziwo? Kiki ekyakwogeza nti Ye mwa- 19
nyinaze? nange nokutwala nemutwala okuba
mukazi wange: kale kakano laba mukaziwo,
omutwale, wegendere. Falao namulagiririza aba- 20
saja: nebamwerekerako ye ne mukaziwe ne byona
byeyalina.

13

Ibulamu nalinya nava mu Misiri, ye ne mukazi- 1
we ne byona byeyalina, ne Luta wamu naye, neba-
genda mu bukika obwadyo. Era Ibulamu yalina 2
obugaga bungi, ente, ne feza, ne zabu. Nagenda 3

ngatambula nava mu bukika obwadyo natuka
Ebeseri, mu kifo ewemaye mweyasoka okubera,
4 wakati Webeseri ne Ai; mu kifo ekyekyoto kye-
yakola eyo oluberyeberye: Ibulamu nakabira eyo
5 erinya lya Mukama. Era ne Luta, eyagenda
6 ne Ibulamu, yalina embuzi nente newema. Ensi
netebainza bombi okutula awamu: kubanga
ebintu byabwe byali bingi, nokuinza neba-
7 tainza kutula wamu. Newabawo empaka eri
abasumba bente za Ibulamu nabasumba bente
za Luta: era Omukanani Nomuperizi batula
8 munsi mu naku ezo. Ibulamu namugamba Luta
nti Waleme okubawo empaka, nkwegairide, eri
nze nawe, neri abasumba bange nabasumbabo;
9 kubanga tuli ba luganda. Ensi yona si mu
masogo? yawukana nange, nkwegairide: obanga
(oneroboza) omukono ogwa kono, nange nagenda ku
mukono ogwadyo; nawe (bwoneroboza) omukono
ogwadyo, nange nagenda ku mukono ogwa kono.
10 Luta naimusa amasoge, nalaba olusenyi olwa Yo-
lidani lwona, ngama'zi mwegali mangi wona-
wona, Mukama nga tanazikiriza Sodoma ne Go-
mola, nga lufanana ngolusuku lwa Mukama,
11 ngensi Yemisiri, ngogenda mu Zoala. Awo Luta
neyeroboza olusenyi lwona olwa Yolidani; Luta
natambula ebuvanjuba: nebawukana boka na
12 boka. Ibulamu natula munsi ya Kanani, ne
Luta natula mu bibuga ebyomulusenyi, najulula
13 ewemaye nagitusa Esodoma. Nabantu abomu
Sodoma bali babi era bononyi nyini mu maso ga
14 Mukama. Mukama namugamba Ibulamu, Luta
bweyamala okwawukana naye, nti Imusa kakano
amasogo, ŏtunule ngoima mu kifo mwoli, obu-
kika obwa kono nobwadyo nebuvanjuba nebu-
15 gwanjuba: kubanga ensi yona gyolabye, ndigiwa
16 gwe, nezaderyo emirembe gyona. Era ndifula
nezaderyo ngenfufu eyokunsi: era omuntu bwa-
inza okubala enfufu eyokunsi, era nezaderyo

liribalika. Golokoka, otambule obune ensi obuwa- 17
nvu bwayo nobugazi bwayo; kubanga ndigiwa
gwe. Ibulamu najalula ewemaye, naja natula 18
awali emivule gya Mamere, egiri mu Keberoni,
nazimbira eyo ekyoto eri Mukama.

14

Awo mu mirembe gya Ameraferi kabaka Wesi- 1
nala, Alioka, kabaka Werasala, Kedolaomera, kaba-
ka Weramu, negya Tidali, kabaka Wegoiimu, neba- 2
lwana ne Bera, kabaka Wesodoma, ne Birisa,
kabaka Wegomola, Sinabu, kabaka Weadama,
ne Semebera, kabaka Wezeboiimu, ne kabaka
Webera, [ye Zoala]. Abo bona nebegatira mu 3
kiwonvu Ekyesidimu [eyo ye nyanja eyomu-
nyo]. Bawereereza Kedolaomera emyaka kumi 4
nebiri, ne mu mwaka ogwekumi nesatu neba-
jema. Ne mu mwaka ogwekumi nena Kedo- 5
laomera naja, ne bakabaka abali awamu naye,
nebakubira Abalefa mu Asiterosikalanaimu, Na-
bazuzi mu Kamu, Nabemi mu Savekiriasaimu,
Nabakoli ku lusozi lwabwe Seira, nebabagoba 6
okutusa Eripalani ekiri okumpi nolukola. Neba- 7
dayo nebatuka Enimisipati [ye Kadesi], nebakuba
ensi yona Eyabamaleka, era Neyabamoli, abatula
mu Kazazonitamala. Newatabala kabaka Weso- 8
doma, ne kabaka Wegomola, ne kabaka Weadama,
ne kabaka Wezeboiimu, ne kabaka Webera [ye
Zoala]; nebategeka olutalo okulwanira nabo mu
kiwonvu Ekyesidimu; okulwana ne Kedolao- 9
mera, kabaka Weramu, ne Tidali, kabaka Wegoi-
imu, ne Amalaferi, kabaka Wesinala, ne Alioka,
kabaka Werasala: bakabaka abana nga balwana
nabatano. Era ekiwonvu Ekyesidimu kyali kijude 10
ebinya ebyebitosi; ne bakabaka Besodoma Ne-
gomola nebaduka, nebagwira omwo, nabo abasi-
galawo nebaduka ku lusozi. Nebanyaga ebintu 11
byona ebyomu Sodoma Negomola, nebyokulya

12 byabwe byona, nebegendera. Nebanyaga Luta,
omwana wa muganda wa Ibulamu, eyatula mu
13 Sodoma, nebintubye, nebagenda. Newaja omu
eyawonawo, namubulira Ibulamu Omweberaniya:
oyo yatula awali emivule gya Mamere Omwamoli,
muganda wa Esikoli, era muganda wa Anera;
14 nabo bali nga balaganye ne Ibulamu. Ibulamu
bweyawulira nga bamunyaga mugandawe, nagenda
nabasajabe abaigirizibwa okulwana, abazalirwa
mu nyumbaye, ebikumi bisatu mu kumi mu
15 munana, nebabagoberera okutusa ku Dani. Ne-
bawukanamu okubalumba ekiro, ye nabadube,
nebabakuba, nebabagoberera okutusa ku Koba,
16 ekiri ku mukono ogwa kono Ogwedamasiko. Na-
komyawo ebintu byona, era namukomyawo ne mu-
gandawe Luta, nebintubye, era nabakazi, nabantu.
17 Ne kabaka Wesodoma nafuluma okumusisinkana,
bweyamala okukomawo nga'se Kedolaomera ne
bakabaka abali naye, mu kiwonvu Ekyesave
18 [kye kiwonvu kya kabaka]. Ne Merekizedeka
kabaka Wesalemi naleta emere nomwenge: era
ye yali kabona wa Katonda ali wagulu enyo.
19 Namusabira omukisa, nayogera nti Ibulamu awe-
bwe omukisa Katonda ali wagulu enyo, nanyini
20 gulu nensi: era Katonda ali wagulu enyo atende-
rezebwe akugabide abalabebo mu mukonogwo.
21 Namuwa ekitundu ekyekumi ekya byona. Ka-
baka Wesodoma namugamba Ibulamu nti Mpa
nze abantu, ebintu obyetwalire gwe. Ibulamu
22 namugamba kabaka Wesodoma nti Nyimusi'za
omukono gwange eri Mukama, Katonda ali wa-
23 gulu enyo, nanyini gulu nensi, (nga ndaira) nti
siritwala kagwa newakubade akakoba kengato
newakubade akantu kona kolina, oleme okwogera
24 nti Mugagawazi'za Ibulamu: wabula ebyo aba-
vubuka byebalide, nomugabo gwabasaja abagenda
nange; Anera, Esikoli, ne Mamere abo batwale
omugabo gwabwe.

15

OLUVANYUMA lwebyo ekigambo kya Mukama 1
nekimujira Ibulamu mu kwolesebwa, nga kyogera
nti Totya, Ibulamu: nze ngaboyo, nemperayo enene
enyo. Ibulamu nayogera nti Ai Mukama Katonda, 2
onompa ki, kubanga ntambula nga sirina mwana,
naye alirya enyumba yange ye Damaseka Erieza?
Ibulamu nayogera nti Laba, nze tompade zade: 3
era, laba, eyazalirwa mu nyumba yange ye musika
wange. Era, laba, ekigambo kya Mukama neki- 4
mujira, nga kyogera nti Omuntu oyo taliba musi-
kawo; naye aliva mu ntumbwezo gwe yaliba
omusikawo. Namufulumya ebweru, nayogera 5
nti Tunulira egulu kakano, obale emunyenye,
bwonoinza okuzibala: namugamba nti Ezaderyo
bweririba bwerityo. Namukiriza Mukama; naku- 6
mubalira okuba obutukirivu. Namugamba nti 7
Nze Mukama eyakugya mu Uli Eyabakalidaya,
okukuwa ensi eno okugisikira. Nayogera nti Ai 8
Mukama Katonda, kiki ekinantegeza nga ndigisi-
kira? Namugamba nti Ontwalire ente enkazi 9
eyakamaze emyaka esatu, nembuzi enkazi eyaka-
maze emyaka esatu, nendiga ensaja eyakamaze
emyaka esatu, ne kamukukulu, nejiba eto. Neye- 10
twalira ebyo byona, nabyasamu wakati, nateka
ebitundu bibiri bibiri nga birabagana: naye enyo-
nyi natazasamu. Namasega negagwa ku mirambo, 11
Ibulamu nagagoba. Awo enjuba bweyali ngegwa, 12
otulo otungi netugwa ku Ibulamu; era, laba, entisa
eyekizikiza ekikute nemugwako. Namugamba 13
Ibulamu nti Tegerera dala ngezaderyo liriba
genyi munsi eteri yabwe, era balibawereza; era
balibabonyezabonyeza emyaka bina; era negwanga 14
eryo, lyebaliwereza, ndirisalira omusango: nebe-
lyoka bavamu nga balina ebintu bingi. Naye gwe 15
oligenda awali bajajabo nemirembe; olizikibwa
bwolimala okuwangāla obulungi. Ne mu mirembe 16

egyokuna balikomawo nate wano: kubanga obutali
17 butukirivu Obwomwamoli tebunatukirira. Awo,
enjuba bweyamala okugwa, ekizikiza nga kikute,
laba, ekikomi ekinyoka nomumuli ogwaka nebiita
18 wakati awali ebitundu ebyo. Ku lunaku olwo
Mukama nalagana ne Ibulamu, ngayogera nti
Ezaderyo ndiwade ensi eno, okuva ku muga
Ogwemisri okutuka ku muga omunene, omuga
19 Firati: Omukeni, Nomukenizi, Nomukadamoni,
20, 21 Nomukiti, Nomuperizi, Nabalefa, Nomwamoli,
Nomukanani, Nomugirigasi, Nomuyebusi.

16

1 Salai, mukazi wa Ibulamu, natamuzalira bana:
era yalina omuzana, Omumisiri, erinyalye Agali.
2 Salai namugamba Ibulamu nti Laba no, Mukama
anziiziza obutazalanga; nkwegairide, ingira eri
muzana wange; mpozi ndifuna abana muye. Ibu-
3 lamu nawulira edobozi lya Salai. Salai, mukazi
wa Ibulamu, namutwala Agali, Omumisiri, muza-
nawe, Ibulamu bweyali yakamaze emyaka ekumi
okutula munsi ya Kanani, namuwa Ibulamu
4 musajawe okuba mukaziwe. Naingira eri Agali,
naye naba olubuto: awo bweyalaba ngali lubuto,
5 mugolewe nanyomebwa mu masoge. Salai namu-
gamba Ibulamu nti Okwonona kwange kube
kugwe: nakuwa muzana wange mu kifubakyo;
awo bweyalaba ngali lubuto, nenyomebwa mu
masoge: Mukama atusalire omusango nze nawe.
6 Naye Ibulamu namugamba Salai nti Laba, muza-
nawo ali mu mukonogwo; mukolere ekifanana
ekirungi mu masogo. Salai namujoga, naduka mu
7 masoge. Ne malaika wa Mukama namulabira
awali olu'zi olwama'zi mu lukola, olu'zi oluli
8 mu kubo ngogenda Esuli. Nayogera nti Agali,
muzana wa Salai, ova wa? era ogenda wa?
Naye nayogera nti Nziruka mu maso ga mugole

wange Salai. Ne malaika wa Mukama namu- 9
gamba nti Dayo eri mugolewo, ogonde wansi
wemikonogye. Era malaika wa Mukama namu- 10
gamba nti Ndyongera nyo ezaderyo, nokubala
nebatalibala olwobungi. Era malaika wa Mukama 11
namugamba nti Laba, oli lubuto, era olizala
omwana wa bulenzi; era olimutuma erinya
Isimaeri, kubanga Mukama awulide okubonyabo-
nyezebwakwo. Era aliba ngentulege mu bantu; 12
omukonogwe gulirwana na buli muntu, nomukono
gwa buli muntu gulirwana naye; era alitula
awali bagandabe bona. Natuma erinya lya 13
Mukama eyayogera naye, nti Gwe Katonda
alaba: kubanga yayogera nti Nokutunula ntunu-
lide oyo andaba? Olu'zi kyerwava luitibwa 14
Beerirakairoi: laba, luli wakati Wekadesi Nebe-
reda. Agali namuzalira Ibulamu omwana: 15
Ibulamu namutuma omwanawe, Agali gweya-
zala, erinyalye Isimaeri. Ibulamu yali yakamaze 16
emyaka kinana mu mukaga, Agali bweyamuzalira
Ibulamu Isimaeri.

17

Awo Ibulamu bweyali yakamaze emyaka kyenda 1
mu mwenda, Mukama namulabikira Ibulamu,
namugamba nti Nze Katonda Omuinza webintu
byona; tambulira mu maso gange, obere mutu-
kirivu. Nange ndiragana endagano yange nze 2
nawe, era ndikwaza nyo. Ibulamu navunama 3
amasoge: Katonda nayogera naye nti Nze, laba, 4
endagano yange eri nawe, nawe oliba kitawe
wamawanga amangi. So tokyaitibwa nate erinyalyo 5
Ibulamu, naye erinyalyo liriba Ibulaimu; kubanga
nkufude kitawe wamawanga amangi. Era ndi- 6
kwaza nyo, era ndikufula amawanga, ne bakabaka
baliva mugwe. Era ndinyuweza endagano yange nze 7
nawe nezaderyo eriridawo okutusa emirembe gya-
bwegyona okuba endagano eteridiba, okuba Katonda

8 eri gwe neri ezaderyo eriridawo. Era ndikuwa gwe
nezaderyo eriridawo ensi gyewatambulirangamu,
ensi yona eya Kanani, okugirya emirembe gyona;
9 era nze ndibera Katonda wabwe. Katonda
namugamba Ibulaimu nti Nawe, gwolikwata
endagano yange, gwe nezaderyo eriridawo okutusa
10 emirembe gyabwe gyona. Eno ye ndagano
yange, gyemunakwatanga, eri nze namwe neza-
deryo eriridawo; buli musaja mumwe anako-
11 molwanga. Era munakomolwanga omubiri gwe-
kikuta kyamwe; era kunabanga kabonero ake-
12 ndagano eri nze namwe. Anamalanga enaku
omunana anakomolwanga mumwe, buli musaja
mu mirembe gyamwe gyona, anazalirwanga mu
nyumba, era noyo munagwanga yena gwanabagu-
13 zanga nebintu, atali wa ku zade lyamwe. Anaza-
lirwanga mu nyumbayo, noyo anagulibwanga nebi-
ntubyo, kibagwanira okumukomola: nendagano
yange eriba mu mubiri gwamwe okuba endagano
14 eteridiba. Nomusaja atali mukomole atakomolwa-
nga mu mubiri gwekikutakye, obulamu obwo buli-
zikirizibwa mu bantube; ngamenye endagano
yange.
15 Katonda namugamba Ibulamu nti Salai muka-
ziwo, tokyamuita erinyalye Salai, naye Sala lye
16 liriba erinyalye. Nange ndimuwa omukisa, era
nate ndikuwa omwana muye: wewawo, ndimuwa
omukisa, naye aliba (nyina) wamawanga; baka-
17 baka babantu baliva muye. Ibulaimu nalyoka
avunama amasoge, naseka, nayogera mu mutimagwe
nti Omwana alimuzalirwa oyo eyakamaze emyaka
ekikumi? era ne Sala, eyakamaze emyaka ekyenda,
18 alizala? Ibulaimu namugamba Katonda nti Singa
19 Isimaeri aliba mulamu mu masogo! Katonda
nayogera nti Neda, naye Sala mukaziwo alikuza-
lira omwana; nawe olimutuma erinyalye Isaka:
nange ndinyuweza endagano yange naye okuba
20 endagano eteridiba eri ezaderye eriridawo. Nebya

Isimaeri, nkuwulide: laba, muwade omukisa, era ndimwaza, era ndimwongera nyo; alizala abakungu kumi na babiri, era ndimufula egwanga edene. Naye endagano yange ndiginyuweza eri 21
Isaka, Sala gwalikuzalira mu biro ebyo ebyatekebwawo mu mwaka ogugenda okuja. Naleka 22
okwogera naye, Katonda nalinya nava eri Ibulaimu. Ibulaimu natwala Isimaeri omwana- 23
we, ne bona abazalirwa mu nyumbaye, ne bona abagulibwa nebintubye, buli musaja mu bantu abomunyumba ya Ibulaimu, nabakomolera ku lunaku olwo omubiri gwekikuta kyabwe, nga Katonda bweyamugamba. Ibulaimu yali yaka- 24
maze emyaka kyenda mu mwenda, bweyakomolwa omubiri gwekikutakye. Ne Isimaeri omwanawe 25
yali yakamaze emyaka kumi nesatu, bweyakomolwa omubiri gwekikutakye. Ku lunaku lumu 26
Ibulaimu nakomolebwa ne Isimaeri omwanawe.
Nabasaja bona abomunyumbaye, abo abazalirwa 27
mu nyumba, nabo munagwanga yena beyamuguza nebintu, nebakomolwa wamu naye.

18

Mukama namulabikira awali emivule gya Ma- 1
mere, bweyali ngatude mu mulyango mu tuntu;
naimusa amasoge natunula, era, laba, abasaja 2
basatu nga baimiride mu masoge: awo bweyabalaba, nava mu mulyango gwewema naduka mbiro okubasisinkana, navunama wansi, nayogera nti
Mukama wange, obanga kakano ndabye ekisa mu 3
masogo, tova wali muduwo, nkwegairide: kale no 4
balete otu'zi, munabe ebigere, muwumulire wansi
womuti: nange naleta akamere, musanyuke emi- 5
tima gyamwe; nemulyoka mugenda: kubanga
mutuse eri omudu wamwe. Nebogera nti Kola
bwotyo, nga bwoyogede. Ibulaimu nayanguwa 6
naingira mu wema eri Sala nayogera nti Tekateka

mangu ebigero bisatu ebyobuta, obugoye, ofumbe
7 emere. Ibulaimu naduka mbiro eri ekisibo,
nakima enyana eng'onvu enungi, nagiwa omudu;
8 nayanguwa okugifumba. Nadira omuzigo, namata,
nenyana gyafumbye, nabiteka mu maso gabwe;
naimirira ku mabali gabwe wansi womuti, neba-
9 lya. Nebamugamba nti Alirudawa Sala muka-
10 ziwo? Nayogera nti Laba, ali mu wema. Nayo-
gera nti Sirirema kukomawo woli ekisera bwekirida; era, laba, Sala mukaziwo alizala omwana owobulenzi. Sala nawulira mu mulyango gwewema,
11 eyali enyumawe. Ibulaimu ne Sala bali bakadiye, era nga baitiride obukade; songa Sala
12 takyabera ngempisa eyabakazi bweri. Sala naseka mundaye, ngayogera nti Nga maze okukadiwa ndisanyuka, era ne mukama wange nga-
13 kadiye? Mukama namugamba Ibulaimu nti Kiki ekimuseseza Sala, ngayogera nti Mazima
14 ndizala omwana nga nkadiye? Waliwo ekirema Mukama? Mu biro ebyatekebwawo ndikomawo woli, ekisera bwekirida, ne Sala alizala omwana
15 owobulenzi. Sala nalyoka yegana, ngayogera nti Sisese: kubanga yatya. Nayogera nti Neda; naye okuseka osese.
16 Abasaja nebagolokoka okuva eyo, nebatunulira
Esodoma: Ibulaimu nagenda nabo okubawere-
17 kerako. Mukama nayogera nti Ibulaimu namu-
18 kisa kyenkola? kubanga Ibulaimu talirema kufuka gwanga dene eryamanyi, era amawanga
19 gona agomunsi galiwerwa omukisa muye. Kubanga kyenava mumanya, alyoke abalagire abanabe nenyumbaye eridawo, okukwatanga ekubo lya Mukama, okukolanga ebyobutukirivu nebyensonga; Mukama alyoke alete ku Ibulaimu byeya-
20 mwogerako. Mukama nayogera nti Kubanga okukaba Okwesodoma Negomola kunene, era
21 kubanga okwonona kwabwe kwa kitalo: na'ka kakano ndabe nga bakolera dala ngokukaba

kwayo bwekuli, okwatuka eri nze ; era obanga tekyali bwekityo, namanya. Abasaja nebava eyo, 22
nebagenda Esodoma : naye Ibulaimu ngakyaimirira mu maso ga Mukama. Ibulaimu nasembera, nayogera nti Olizikiriza abatukirivu awamu 23
nababi ? Mpozi mu kibuga mulimu abatukirivu atano : olizikiriza ekifo notokisonyiwa kubwa batukirivu atano abakirimu ? Kitalo 24
okole bwotyo, oku'ta abatukirivu awamu nababi, nokwenkana abatukirivu nebenkana nababi ; kitaló ekyo : Omulamuzi wensi zona talikola bya butukirivu ? Mukama nayogera nti Bwenalaba 25
mu Sodoma abatukirivu atano munda mu kibuga, nendyoka nsonyiwa ekifo kyona kubwabwe. Ibulaimu nadamu nayogera nti Laba no, 26
ngezeza nze okwogera ne Mukama newakubade nga ndi nfufu bufufu nevu : mpozi ku batukirivu atano kunabulako abatano : olizikiriza ekibuga kyona kubanga abatano babulako ? Nayogera 27
nti Sirikizikiriza, bwenalabayo ana mu batano. Nayogera naye nate era nti Mpozi munalabikamu 28
ana. Nayogera nti Sirikola bwentyo kubwana. Nayogera nti Nkwegairide, Mukama tasunguwala, 29
nange kanjogere : mpozi munalabikamu asatu. Nayogera nti Sirikola bwentyo, bwenalabayo asatu. Nayogera nti Laba no, ngezeza nze okwogera 30
ne Mukama : mpozi munalabikamu abiri. Nayogera nti Sirikizikiriza, kubwabiri abo. Nayogera nti Nkwegairide, Mukama tasunguwala, nange kanjogere nate omulundi guno ogumu gwoka : mpozi munalabikamu ekumi. Nayogera nti Sirikizikiriza kubwekumi abo. Mukama neyegendera, bweyamala okwogera ne Ibulaimu : Ibulaimu nadayo mu kifokye. 31 32 33

19

1 Ne bamalaika babiri nebatuka Esodoma akawungezi; ne Luta yali atude mu mulyango Ogwesodoma: Luta nabalaba, nagolokoka okuba-
2 sisinkana; navunama amasoge wansi; nayogera nti Laba no, bakama bange, mwekolobye, mbegairide, mu nyumba eyomudu wamwe, musule okukesa obude, munabe ebigere, mukere enkya okugolokoka, mwegendere. Nebogera nti Neda;
3 naye tunasula mu lugudo okukesa obude. Nabawaliriza nyo; nebekolobya ewuwe, nebaingira mu nyumbaye; nabafumbira embaga, nayokya emere
4 etazimbulukuswa, nebalya. Naye nga tebanebaka, abasaja abomukibuga, Abesodoma, nebazingiza enyumba, abato era nabakulu, abantu bona nga
5 bavude mu bifo byona; nebamuita Luta, nebamugamba nti Abasaja balirudawa abaingide ewuwo ekiro kino? obafulumye gyetuli, tubamanye.
6 Luta nafuluma gyebali mu mulyango, nagalawo
7 olugi enyumawe. Nayogera nti Mbegairide, baganda bange, temukola bubi obwenkanide wano.
8 Laba no, nina abana abawala babiri, abatamanyanga musaja; kambafulumye abo gyemuli, mbegairide, namwe mubakole nga bwekiri ekirungi mu maso gamwe: naye abasaja abo temubakola kigambo; kubanga batuse wansi wekisikirize
9 ekyakasolya kange. Nebogera nti Vawo. Nebogera nti Olusaja luno olumu lwaingira okuba omugenyi, naye kimugwanira okuba omulamuzi: kakano tunakukola gwe bubi okusinga abo. Nebamunyigiriza nyo omusaja, ye Luta, nebasembera
10 okumenya olugi. Naye abasaja nebagolola emikono, nebaingiza Luta mu nyumba mwebali,
11 nebagalawo olugi. Nebazibya amaso gabasaja abali ku lugi, abato era nabakulu: nokwekoya
12 nebekoya nga banonya olugi. Abasaja nebamu-

gamba Luta nti Olina nate wano abalala? mukodomiwo, nabanabo, abobulenzi nabobuwala, ne bona bolina mu kibuga; bafulumye mu kifo muno: kubanga tunazikiriza ekifo kino, kubanga 13
okukaba kwabwe kweyongede nyo mu maso ga Mukama; era Mukama yatutumye okukizikiriza. Luta nafuluma nayogera ne bakodomibe, abawasa 14
abawalabe, nagamba nti Mugolokoke, muve mu kifo kino; kubanga Mukama anazikiriza ekibuga. Naye yali ng'anga asaga eri bakodomibe. Awo, 15
bwebwakya enkya, bamalaika nebamwanguiriza Luta, nga bogera nti Golokoka, otwale mukaziwo, nabanabo abawala bombi abali wano: oleme okuzikirizibwa mu butali butukirivu obwekibuga. Naye nalwa; abasaja nebamukwata ku mukonogwe, ne ku mukono gwa mukaziwe, ne ku mukono gwabanabe abawala bombi; Mukama ngamusasira: nebamugyamu, nebamuleta ebweru wekibuga. Awo, bwebamala okubagyiramu dala, 17
nayogera nti Duka oleme okufa; totunula nyumawo, so tolwa mu lusenyi lwona; dukira ku lusozi, oleme okuzikirizibwa. Luta nabagamba 18
nti Neda, mukama wange, nkwegairide: laba no, 19
omuduwo alabye ekisa mu masogo, era ogulumiziza okusasirakwo, kwondaze ngomponya neme okufa; nesiinza kudukira ku lusozi luno, akabi kaleme okuntukako nenfa: laba no, ekibuga 20
ekyo kwe kumpi okukidukiramu, era kye (kibuga) ekitono: nkwegairide, nzirukire omwo, [si kitono?], nobulamu bwange buliwona. Namuga- 21
mba nti Era nkukiriza ne mu kigambo ekyo, obutasula kibuga kyoyogedeko. Yanguwako, odu- 22
kire omwo; kubanga siinza kukola kigambo, nga tonatuka omwo. Erinya lyekibuga kyeryava liitibwa Zoala. Enjuba yali ngemaze okuvayo 23
kunsi Luta bweyatuka mu Zoala. Mukama nalyo- 24
ka atonyesa ku Sodoma ne ku Gomola omuliro nekiberiti nga biva eri Mukama mu gulu; nasula 25

ebibuga ebyo, nolusenyi lwona, nabo bona abatula
26 mu bibuga, nebyo ebyamera ku taka. Naye
mukaziwe natunula enyumawe ngamuvako
27 enyuma, nafuka empagi eyomunyo. Ibulaimu
nagolokoka enkya mu makya nagenda mu kifo
28 mweyaimirira mu maso ga Mukama: natunulira
Esodoma Negomola, neri ensi yona eyolusenyi,
nalengera, era, laba, omuka ogwensi negunyoka
ngomuka ogwekikomi.
29 Awo, Katonda bweyazikiriza ebibuga ebyomulu-
senyi, Katonda namujukira Ibulaimu namusindika
Luta ave wakati mu bibuga ebyasulibwa, bweyasula
ebibuga Luta mweyali atula.
30 Luta nalinya nava mu Zoala, natula ku lusozi,
nabanabe abawala bombi naye; kubanga natya
okutula mu Zoala: natula mu mpuku, nabanabe
31 abawala bombi. Nomuberyeberye namugamba
omuto nti Kitafe akadiye, so tewali musaja munsi
aliingira gyetuli ngempisa yensi zona bweri:
32 kale, tumunywese kitafe omwenge, nafe tunasula
33 naye, tukume ezade lya kitafe. Nebamunywesa
kitabwe omwenge ekiro ekyo: nomuberyeberye
naingira, nasula ne kitawe; natamanya bweyaga-
34 lamira, newakubade bweyagolokoka. Awo ku luna-
ku olwadako, omuberyeberye namugamba omuto
nti Laba, ekiro nasuze ne kitange: era tumu-
nywese omwenge nekiro kino; nawe noingira,
35 nosula naye, tukume ezade lya kitafe. Era neba-
nywesa kitabwe omwenge nekiro ekyo: omuto
nagolokoka, nasula naye; natamanya bweyagala-
36 mira, newakubade bweyagolokoka. Bwebatyo
abana abawala aba Luta bombi nebaba embuto za
37 kitabwe. Omuberyeberye naztla omwana owobu-
lenzi, namutuma erinya Moabu: oyo ye jaja Wa-
38 bamoabu ne kakano. Era nomuto naye nazala
omwana owobulenzi, namutuma erinya Benami:
oyo ye jaja wabana ba Amoni ne kakano.

20

IBULAIMU nava eyo natambula okugenda munsi 1
eyobukika obwadyo, natula wakati Wekade-
si Nesuli ; nabera mu Gerala. Ibulaimu na- 2
yogera ku Sala mukaziwe nti Ye mwanyinaze :
ne Abimereka kabaka Wegerala natuma, namu-
twala Sala. Naye Katonda namujira Abimereka 3
mu kiroto ekyekiro, namugamba nti Laba, gwoli
mufu bufu, olwomukazi gwewatwala ; kubanga
alina ba. Era Abimereka yali nga tanamusembe- 4
rera: nayogera nti Mukama, oli'ta egwanga newa-
kubade nga tukirivu ? Teyang'amba ye nyini nti 5
Ye mwanyinaze ? naye omukazi, omukazi ye nyini
nayogera nti Ye mwanyinaze : nga nina omutima
omutukirivu nengalo ezitaliko kabi bwenakola
ekyo. Katonda namugamba mu kiroto nti Wewa- 6
wo, manyi nga wakola ekyo ngolina omutima omu-
tukirivu, era nange nenkuziiza obutanyonona: kye-
nava nema okukuganya okumukwatako. Kale no 7
zayo mukazi womusaja; kubanga ye nabi, naye ali-
kusabira, nawe oliba mulamu: era bwotomuzeyo,
tegera nga tolirema kufa, gwe, nababo bona. Abi- 8
mereka nagolokoka enkya mu makya, naita
abadube bona, nabulira ebyo byona mu matu
gabwe : abasaja nebatya nyo. Abimereka nalyoka 9
amuita Ibulaimu, namugamba nti Onkoze ki ?
nange nakwonona ntya, gwe okundetera nze no-
bwakabaka bwange okwonona okunene ? Onkoze
ebikolwa ebitagwana kukola. Abimereka namu- 10
gamba Ibulaimu nti Walaba ki, ekyakukoza ekyo ?
Ibulaimu nayogera nti Kubanga nalowoza nti Ma- 11
zima okutya Katonda tekuli mu kifo kino ; nange
balinzita olwa mukazi wange. Era naye mazima 12
ye mwanyinaze, mwana wa kitange, naye si mwana
wa nyabo ; nafuka mukazi wange : awo, Katonda 13
bweyantambuzatambuza okuva mu nyumba ya
kitange, nendyoka mugamba nti Kino kye kisakyo

kyononjolesanga; mu buli kifo mwetunatukanga,
14 oyogeranga kunze nti Ye mwanyinaze. Ne Abi-
mereka natwala endiga nente, nabadu nabazana,
15 nabiwa Ibulaimu, namudiza Sala mukaziwe. Abi-
mereka nayogera nti Ensi yange eri mu masogo:
16 tula gyonoyagala. Ne Sala namugamba nti Laba,
muwade mwanyoko ebitundu lukumi ebya feza:
laba, kye kyokubika ku maso gyoli eri abo bona
abali nawe; ne mu bigambo byona ogatidwa.
17 Ibulaimu namusaba Katonda: Katonda namu-
wonya Abimereka, ne mukaziwe, ne bazanabe;
18 nebazala abana. Kubanga Mukama yali asibide
dala embuto zona ezomunyumba ya Abimereka,
olwa Sala mukazi wa Ibulaimu.

21

1 Mukama namujira Sala nga bweyayogera, era
2 Mukama namukola Sala nga bweyagamba. Sala
naba olubuto, namuzalira Ibulaimu omwana owo-
bulenzi ngakadiye, mu biro ebyo ebyatekebwawo
3 Katonda byeyamugambako. Ibulaimu namutuma
omwanawe eyamuzalirwa, Sala gweyamuzalira,
4 erinyalye Isaka. Ibulaimu nakomola omwanawe
Isaka nga yakamaze enaku munana, nga Katonda
5 bweyamulagira. Era Ibulaimu yali yakamaze
emyaka kikumi, omwanawe Isaka bweyamuzalirwa.
6 Sala nayogera nti Katonda anseseza; buli anawu-
7 liranga anasekeranga wamu nange. Nayogera nti
Aliwa oyo eyandimugambye Ibulaimu nga Sala
aliyonsa abanabe? kubanga muzalide omwana
owobulenzi ngakadiye.
8 Omwana nakula, nava ku mabere: Ibulaimu
nafumba embaga enene ku lunaku Isaka lweyavi-
9 rako ku mabere. Sala nalaba omwana wa Agali
Omumisiri, gweyamuzalira Ibulaimu, ngadula.
10 Kyeyava amugamba Ibulaimu nti Goba omuzana
ono nomwanawe: kubanga omwana womuzana ono

taja kubera musika wamu nomwana wange, ye Isaka.
Nekigambo ekyo nekiba kizibu nyo mu maso ga 11
Ibulaimu olwomwanawe. Katonda namugamba 12
Ibulaimu nti Kireme okuba ekizibu mu masogo
olwomulenzi, nolwomuzanawo; mu byona Sala
byanakubuliranga, owuliranga edobozirye; kuba-
nga mu Isaka ezaderyo mweriiitirwa. Era ne mu 13
mwana womuzana ndimuvisamu egwanga, kubanga
ye lye zaderyo. Ibulaimu nagolokoka enkya mu 14
makya, nadira emere nensawo eyediba eyama'zi,
nabiwa Agali, ngabisa ku kibegabegakye, nomwana,
namusindika: nagenda, natambuliratambulira mu
lukola Olwebeeriseba. Nama'zi agomudiba ne- 15
gagwamu, nasazika omwana wansi wekisaka ekimu.
Nagenda, natula wansi ngamutunulira walako, 16
ngebanga akasale wekagwa: kubanga yayogera
nti Neme okulaba omwana ngafa. Natula nga-
mutunulira, naimusa edobozirye, nakaba. Ka- 17
tonda nawulira edobozi lyomulenzi; ne malaika wa
Mukama namuita Agali ngaima mu gulu, namu-
gamba nti Obade otya, Agali? totya; kubanga
Katonda awulide edobozi lyomulenzi wali. Golo- 18
koka, oimuse omulenzi, omukwate mu ngalozo;
kubanga ndimufula egwanga edene. Katonda 19
nazibula amasoge, nalaba olu'zi lwama'zi; na-
genda, najuza ediba ama'zi, namunywesa omulenzi.
Katonda naba wamu nomulenzi, nakula: natula 20
mu lukola, nafuka omulasi wobusale. Natula mu 21
lukola Olwepalani: ne nyina namuwasiza omukazi
munsi Yemisiri.

Awo mu biro ebyo Abimereka ne Fikoli omukulu 22
wegye nebamugamba Ibulaimu nti Katonda ali
wamu nawe mu byona byokola: kale no, ndairira 23
wano Katonda nga tolinkusakusa nze newakubade
omwana wange, newakubade omwana womwana
wange: naye ngekisa bwekiri kyenakukola, nawe
ononkolanga bwotyo nze, nensi gyewatulamu. Ibu- 24
laimu nayogera nti Nalaira. Ibulaimu namu- 25

nenya Abimereka olwolu'zi lwama'zi, abadu ba
26 Abimereka lwebamugyako olwamānyi. Abime-
reka nayogera nti Simumanyi bwali eyakola bwa-
tyo: so tombulirangako, so siwulirangako era,
27 wabula lero. Ibulaimu nadira endiga nente, nabi-
muwa Abimereka; nebalagana endagano bombi.
28 Ibulaimu nateka endiga endusi musanvu ezomu-
29 kisibo wamu zoka. Abimereka namugamba Ibu-
laimu nti Endiga ezo endusi omusanvu zotade
30 awamu zoka amakulu gazo ki? Nayogera nti
Endiga ezo endusi omusanvu onoziwebwa mu
mukono gwange, ekyo kibere omujulirwa gyendi,
31 nga nze nasima olu'zi olwo. Kyeyava aita ekifo
ekyo Beeriseba; kubanga eyo gyebalairira bombi.
32 Bwebatyo nebalaganira endagano mu Beeriseba:
Abimereka nagolokoka ne Fikoli omukulu we-
33 gyerye, nebadayo munsi Eyabafirisiti. (Ibulaimu)
nasimba omumyuliru mu Beeriseba, nakowolera
34 eyo erinya lya Mukama, Katonda atagwawo. Ibu-
laimu namala enaku nyingi munsi Eyabafirisiti.

22

1 Awo oluvanyuma lwebyo, Katonda nakema Ibu-
laimu, namugamba nti Ibulaimu; nayogera nti
2 Nze nzuno. Nayogera nti Twala kakano omwa-
nawo, omwanawo omu, gwoyagala, ye Isaka, oge-
nde munsi Moliya; omuwere eyo okuba ekiwe-
bwayo ekyokebwa ku lumu ku nsozi lwendiku-
3 gambako. Ibulaimu nagolokoka enkya mu makya,
nasa amatandiko ku ndogoiye, natwala naye babiri
ku bavubukabe, ne Isaka omwanawe; nayasa enku
ezekiwebwayo ekyokebwa, nagolokoka, nagenda
4 mu kifo Katonda kyeyamugambako. Ku lunaku
olwokusatu Ibulaimu naimusa amasoge, nalengera
5 ekifo. Ibulaimu nabagamba abavubukabe nti Mu-
bere mwe wano nendogoi, nange nomulenzi tuna-
6 genda wali; netusinza, netuda gyemuli. Ibulaimu

natwala enku ezekiwebwayo ekyokebwa, naziteka
ku Isaka omwanawe; natwala omuliro nakambe
mu ngaloze; nebagenda bombi wamu. Isaka namu- 7
gamba Ibulaimu kitawe nti Kitange: nayogera nti
Nze nzuno, mwana wange. Nayogera nti Laba,
omuliro nenku (bibino): naye aliwa omwana we-
ndiga owekiwebwayo ekyokebwa? Ibulaimu na- 8
yogera nti Katonda anefunira omwana wendiga
owekiwebwayo ekyokebwa, mwana wange: awo
nebagenda wamu bombi. Nebatuka mu kifo Ka- 9
tonda weyamugamba; Ibulaimu nazimbira eyo
ekyoto, natindikira enku, nasiba Isaka omwanawe,
namugalamiza ku kyoto, kunku. Ibulaimu nago- 10
lola omukonogwe, nadira akambe okumu'ta omwa-
nawe. Ne malaika wa Mukama namukowola nga- 11
ima mu gulu, nayogera nti Ibulaimu, Ibulaimu:
nayogera nti Nze nzuno. Nayogera nti Tosa mu- 12
konogwo ku mulenzi, so tomukolako kantu: ku-
banga kakano ntegede ngotya Katonda, kubanga
tonyimye mwanawo, omwanawo omu. Ibulaimu 13
naimusa amasoge, natunula, era, laba, enyumawe
endiga ensaja, ngekwatidwa mu kisaka namayembe
gayo: Ibulaimu nagenda natwala endiga, nagiwayo
okuba ekiwebwayo ekyokebwa mu kifo kyomwana-
we. Ibulaimu natuma ekifo kiri erinya lyakyo 14
Yakuwayire: nga bwekyogerwa ne lero nti ku lu-
sozi lwa Mukama kirirabwa. Ne malaika wa Mu- 15
kama namuita Ibulaimu omulundi ogwokubiri
ngaima mu gulu, nayogera nti Neraide nzeka, bwa- 16
yogera Mukama, kubanga okoze bwotyo, notonyima
mwanawo, omwanawo omu: okukuwa omukisa na- 17
kuwanga omukisa, nokwongera nakwongerangako
ezaderyo ngemunyenye ezomugulu, era ngomuse-
nyu oguli ku tale lyenyanja; era ezaderyo balirya
omulyango ogwabalabe babwe; era mu zaderyo 18
amawanga gona agomunsi mwegaliwerwa omukisa;
kubanga owulide edobozi lyange. Awo Ibulaimu 19
nadayo eri abavubukabe, nebagolokoka nebagenda

bona wamu Ebeeriseba; Ibulaimu natula mu Beeriseba.

20 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo nebamubulira Ibulaimu nga bogera nti Laba, era Mirika naye
21 yamuzalira abana mugandawo Nakola; Uzi, omuberyeberyewe, ne Buzi, mugandawe, ne Kemueri,
22 kitawe wa Alamu; ne Keseda, ne Kazo, ne Piridasi,
23 ne Yidalafu, ne Besueri. Besueri nazala Lebeka: abo omunana Mirika yabazalira Nakola, muganda
24 wa Ibulaimu. Nomuzanawe, erinyalye Leuma, era naye nazala Teba, ne Gakamu, ne Takasi, ne Maaka.

23

1 Sala nawangala emyaka kikumi mwabiri mu musanvu: egyo gye myaka Sala gyeyawangala.
2 Sala nafira mu Kiriasialaba [ye Keberoni], munsi ya Kanani: Ibulaimu naja okukungubagira Sala,
3 nokumukabira amaziga. Ibulaimu nagolokoka nava eri omulambogwe, nabagamba abana ba Kesi
4 nti Nze ndi mugenyi era mutambuze gyemuli: mumpe ekifo ekyokuzikiramu okuba obutaka munsi yamwe, nzike omulambo gwange neme okugula-
5 bako. Nabana ba Kesi nebamudamu Ibulaimu, nga
6 bamugamba nti Otuwulire, mukama wange: gwoli mukungu mukulu mufe: ozike omulambogwo mu ntana yafe gyoneroboza mu zona; tewali mufe agenda okuku'ma entanaye, oleme okuzika omulambogwo.
7 Ibulaimu nagolokoka, navunamira abantu abomu-
8 nsi, be bana ba Kesi. Nayogera nabo, ngagamba nti Bwemwagala nze okuzika omulambo gwange neme okugulabako, mumpulire, munegairirire
9 Eferoni omwana wa Zokala, ampe empuku eya Makapera, gyalina, ekomerera mu lusukulwe; aginguze omuwendo gwayo omulamba wakati mumwe
10 okuba obutaka okuba entana. Eferoni yali atude wakati mu bana ba Kesi: Eferoni Omukiti namudamu Ibulaimu abana ba Kesi nga bamuwulira, be bona abaingira mu mulyango gwekibuga, ngayo-

gera nti Neda, mukama wange, ompulire: olusuku 11
ndukuwade, nempuku erulimu ngikuwade; mu
maso gabana babantu bange ngikuwade: zika
omulambogwo. Ibulaimu navunama mu maso 12
gabantu abomunsi. Namugamba Eferoni abantu 13
abomunsi nga bamuwulira, ngayogera nti Naye
bwonoyagala, nkwegairira, ompulire: nasasula
omuwendo gwolusuku; gukirize nkuwe, nange
nazika omwo omulambo gwange. Eferoni namu- 14
damu Ibulaimu, ngamugamba nti Mukama wange, 15
ompulire: akasuku omuwendo gwako esekeri
eza feza ebina kintu ki eri nze nawe? kale zika
omulambogwo. Ibulaimu namuwulira Eferoni; 16
Ibulaimu namugerera Eferoni efeza gyeyali aga-
mbye abana ba Kesi nga bamuwulira, esekeri eza
feza bina, nga (efeza) eya bulijo eyomuguzi bweyali.
Awo olusuku lwa Eferoni, olwali mu Makapera, 17
etunulira Mamere, olusuku nempuku eyalimu,
nemiti gyona egyali mu lusuku, egyali mu nsalo
yalwo yona okwetolola, byanyuwezebwa eri Ibu- 18
laimu okuba obutakabwe mu maso gabana ba Kesi,
mu maso ga bona abaingira mu mulyango gweki-
bugakye. Oluvanyuma lwebyo Ibulaimu nazika 19
Sala mukaziwe mu mpuku eyomulusuku olwa
Makapera etunulira Mamere [ye Keberoni], munsi
ya Kanani. Nolusuku nempuku erulimu nebinyu- 20
wezebwa abana ba Kesi eri Ibulaimu okuba obuta-
kabwe okuba ekifo ekyokuzikangamu.

24

Ibulaimu yali akadiye, ngaitiride obukade: 1
era Mukama yamuwa Ibulaimu omukisa mu
bigambo byona. Ibulaimu namugamba omu- 2
duwe, omukulu wenyumbaye, eyafuganga byona
byeyalina, nti Nkwegairide, sa omukonogwo
wansi wekisambi kyange: nange nakulaiza Mu- 3
kama, Katonda wegulu era Katonda wensi, nga

toliwasiza mwana wange mukazi aliva mu bawala
4 Ababakanani, bentulamu: naye oligenda munsi
yange, era eri baganda bange, omuwasize omwana
5 wange Isaka omukazi. Omudu namugamba nti
Mpozi omukazi talikiriza kuja nange okutuka
munsi eno: kiringwanira oku'za omwanawo
6 munsi gyewavamu? Ibulaimu namugamba nti
7 To'zangayo mwana wange na katono. Mukama,
Katonda wegulu, eyanziya mu nyumba ya kitange,
ne munsi mwenazalirwa, era eyayogera nange,
nandairira, ngagamba nti Ezaderyo ndiriwa ensi
eno; oyo alituma malaikawe okukukulembera,
nawe oliwasiza omwana wange omukazi aliva
8 eyo. Nomukazi bwaliba nga takiriza kuja nawe,
kale nga toliko musango olwekirairo kyange
kino; kino kyoka, obutamu'zayo mwana wange.
9 Omudu nasa omukonogwe wansi wekisambi kya
Ibulaimu mukamawe, mamulairira mu kigambo
10 ekyo. Omudu natwala engamira kumi, ezomu-
ngamira za mukamawe, neyegendera; ngalina
ebintu byona ebirungi ebya mukamawe mu
ngaloze: nagolokoka, nagenda mu Mesopotamiya,
11 mu kibuga kya Nakola. Nafukamiza engamira
ebweru wekibuga awali olu'zi lwama'zi obude nga
buwungera, obude nga butuse abakazi webafulumi-
12 ranga okusena ama'zi. Nayogera nti Ai Mukama,
Katonda wa mukama wange Ibulaimu, ompe,
nkwegairide, omukisa lero, omulage ekisa mukama
13 wange Ibulaimu. Laba, nyimiride ku nsulo
zama'zi; nabana abawala babomukibuga bafuluma
14 okusena ama'zi: kale kibere bwekiti; omuwala
gwenagamba nti Sena ensuwayo, nkwegairide, nywe;
naye anagamba nti Nywa, nange nanywesa nenga-
mirazo: oyo abere oyo gwewamulagirira omuduwo
Isaka; era bwentyo bwenategera ngomulaze
15 ekisa mukama wange. Awo o'watuka, bweyali nga-
kyayogera, laba, Lebeka nafuluma, eyamuzalirwa
Besueri omwana wa Mirika, mukazi wa Nakola,

muganda wa Ibulaimu, ngalina ensuwaye ku kibegabegakye. Nomuwala yali mulungi nyo oku- 16
laba, omuwala omuto, songa tewali musaja eyamumanya: naserengeta ku nsulo, najuza ensuwaye, nayambuka. Omudu nadukana mbiro okumusi- 17
sinkana, nayogera nti Onywese, nkwegairide, otuzi mu nsuwayo. Nayogera nti Nywa, mukama 18
wange: nayanguwa, nasa ensuwaye ku mukonogwe, namunywesa. Awo bweyamala okumunywesa, 19
nayogera nti Nasenera nengamirazo zinywe zikute. Nayanguwa nafuka ensuwaye mu kyesero, nadukana 20
nate ku lu'zi okusena, nasenera engamiraze zona. Omusaja namwekaliriza amaso, ngasirise, oku- 21
tegera nga Mukama awade olugendolwe omukisa obanga tawade. Awo olwatuka, engamira bweza- 22
mala okunywa, omusaja nadira empeta eya zabu obuzito bwayo kitundu kya sekeri, nemisaga ezokubanga ku mikonogye obuzito bwagyo sekeri kumi eza zabu; nayogera nti Gwoli mwana wani? mbu- 23
lira, nkwegairide. Mu nyumba ya kitawo mulimu ebanga fe okusula omwo? Namugamba nti Nze 24
ndi mwana wa Besueri omwana wa Mirika, gweyamuzalira Nakola. Era nate namugamba nti 25
Tulina esubi era nebyokulya ebinazimala, era nebanga eryokusulamu. Omusaja nakutama, 26
nasinza Mukama. Nayogera nti Mukama yebazi- 27
bwe, Katonda wa mukama wange Ibulaimu, ataleka kusasirakwe namazimage eri mukama wange: nze, Mukama anung'amiza mu kubo eri enyumba ya baganda ba mukama wange. Omuwala nadukana, 28
nabulira abomunyumba ya nyina ngebigambo ebyo bwebiri. Era Lebeka yalina mwanyina, 29
erinyalye Labani: Labani nafuluma naduka okusisinkana omusaja, awali olu'zi. Awo olwatuka, 30
bweyalaba empeta, nemisaga egyali ku mikono gya mwanyina, era bweyawulira ebigambo bya Lebeka mwanyina, ngayogera nti Bwatyo omusaja bwang'ambye; naja eri omusaja; era, laba, yali

ngaimiride mu mbirizi zengamira awali ensulo.
31 Nayogera nti Ingira gwe Mukama gwawa omukisa;
kiki ekikuimiriziza ebweru? kubanga ntesetese
32 enyumba, nekifo ekyengamira. Omusaja naingira
mu nyumba, nasumulula engamira; nawa esubi
nebyokulya ebyengamira, namazi okunaza ebi-
33 gerebye nebigere byabasaja abali naye. Nebateka
emere mu masoge alye: naye nayogera nti Sirye
nga sinabulira byenatumirwa. Nayogera nti Yogera.
34,35 Nayogera nti Nze ndi mudu wa Ibulaimu. Era
Mukama yamuwa mukama wange omukisa mungi;
era afuse omukulu: era yamuwa embuzi nente,
ne feza ne zabu, nabadu nabazana, nengamira
36 nendogoi. Ne Sala mukazi wa mukama wange
namuzalira mukama wange omwana bweyali
ngakadiye: era oyo namuwa byona byalina.
37 Ne mukama wange nandaiza, ngayogera nti
Toliwasiza mwana wange mukazi aliva mu bawala
38 Ababakanani, bentulira munsi yabwe: naye oli-
genda eri enyumba ya kitange, neri baganda
39 bange, owasize omwana wange omukazi. Nemu-
gamba mukama wange nti Mpozi omukazi tali-
40 kiriza kuja nange. Nang'amba nti Mukama,
gwentambulira mu masoge, alituma malaikawe
wamu nawe, aliwa olugendolwo omukisa; nawe
oliwasiza omwana wange omukazi aliva mu ba
41 ganda bange, ne mu nyumba ya kitange: bwotyo
tolibako musango olwekirairo kyange, bwolituka
mu baganda bange; nabo bwebatalikuwa mukazi,
42 gwe nga toliko musango olwekirairo kyange. Lero
nenjija awali oluzi, nenjogera nti Ai Mukama,
Katonda wa mukama wange Ibulaimu, bwonoluwa
kakano omukisa olugendo lwange lweng'enda:
43 laba, nyimiride awali ensulo yamazi; kale kibere
bwekiti; omuwala anafuluma okusena, gwenagamba
nti Ompe, nkwegairide, otuzi mu nsuwayo nywe:
44 naye anang'amba nti Nywa gwe, era nze nasenera
nengamirazo: oyo abere oyo Mukama gweya-

lagirira omwana wa mukama wange. Bwembade 45
nga nkyayogera mu mutima gwange, laba, Lebeka
nafuluma ngalina ensuwaye ku kibegabegakye ;
naserengeta ku nsulo, nasena: nemugamba nti
Nywe, nkwegairide. Nayanguwa, nasa ensuwaye 46
okuva ku kibegabegakye, nayogera nti Nywa,
nange nanywesa nengamirazo : nenywa, naye
nanywesa nengamira. Nemubuza nenjogera nti 47
Gwoli mwana wani? Nayogera nti Mwana wa
Besueri, omwana wa Nakola, Mirika gweyamu-
zalira : nenanika empeta mu nyindoye, nemisaga
ku mikonogye. Nenkutama, nensinza Mukama, 48
nemwebaza Mukama, Katonda wa mukama wange
Ibulaimu, eyanung'amya mu kubo lye nyini oku-
wasiza omwanawe omwana wa mwanyina wa
mukama wange. Ne kakano bwemunakiriza 49
okumukolera mukama wange ebyekisa nebya-
mazima, mumbulire : era bwemutakirize, mumbu-
lire ; ndyoke nkyuke ku mukono ogwadyo, oba
ku gwa kono. Labani ne Besueri nebalyoka ba- 50
damu nebogera nti Ekigambo ekyo kivude eri
Mukama : tetuinza kukubulira bibi newakubade
ebirungi. Laba, Lebeka ali mu masogo, omu- 51
twale, ogende, abere mukazi womwana wa mu-
kamawo, Mukama nga bwayogede. Awo olwatuka, 52
omudu wa Ibulaimu bweyawulira ebigambo ebyo,
navunama wansi eri Mukama. Omudu naleta 53
amakula aga feza namakula aga zabu nebyambalo,
nabimuwa Lebeka : era namuwa ne mwanyina ne
nyina ebintu ebyomuwendo omungi. Nebalya 54
nebanywa, ye nabasaja abali naye, nebasula neba-
kesa obude ; nebagolokoka enkya, nayogera nti
Munsibule ng'ende eri mukama wange. Ne 55
mwanyina ne nyina nebogera nti Omuwala abere
nafe amale enaku (si nyingi), ekumi oba kusinga-
wo; alyoke agende. Nabagamba nti Tondwisa, ku- 56
banga Mukama awade omukisa olugendo lwange;
munsibule ng'ende eri mukama wange. Nebogera 57

nti Tunaita omuwala, tumubuze mu kamwake.
58 Nebamuita Lebeka, nebamugamba nti Onogenda
59 nomusaja ono? Nayogera nti Nagenda. Nebamusibula Lebeka mwanyinabwe, nomuleziwe, nomu-
60 du wa Ibulaimu, nabasajabe. Nebamusabira Lebeka omukisa, nebamugamba nti Mwanyinafe, bera (nyina) wabantu obukumi enkumi, nezaderyo
61 liryenga omulyango gwabo ababakyawa. Lebeka nagolokoka nabazanabe, nebebagala ku ngamira, nebagenda nomusaja: omudu namutwala Lebeka,
62 neyegendera. Isaka naja ngava mu kubo Eryebeerirakairoi; kubanga yali atula munsi eyobu-
63 kika obwadyo. Isaka nafuluma okufumitiriza mu nimiro akawungezi: naimusa amasoge, natu-
64 nula, era, laba, engamira nga zija. Lebeka naimusa amasoge, era, bweyalaba Isaka, nava ku
65 ngamira. Namugamba omudu nti Musaja ki oyo atambulira mu nimiro okutusisinkana? Omudu nayogera nti Ye mukama wange: nadira olugo-
66 yerwe olubika mu maso neyebikako. Omudu na-
67 mubulira Isaka byona byeyakola. Isaka namuleta mu wema ya nyina Sala, nawasa Lebeka, naba mukaziwe; namwagala: Isaka nasanyusibwa nyina bweyamala okufa.

25

1 Awo Ibulaimu nawasa omukazi omulala, erinya-
2 lye Ketula. Naye namuzalira Zimirani, ne Yokisani, ne Medani, ne Midiani, ne Isibaka, ne Suwa.
3 Yokisani nazala Seba, ne Dedani. Nabana ba Dedani abasaja bali Asulimu, ne Letusimu, ne
4 Leumimu. Nabana ba Midiani abasaja; Efa, ne Efera, ne Kanoka, ne Abida, ne Eridaa. Abo
5 bona bana ba Ketula. Ibulaimu namuwa Isaka
6 byona byeyalina. Naye abana abasaja ababazana, Ibulaimu beyalina, Ibulaimu nabawa bo ebirabo; nabasindika okuva eri Isaka omwanawe, bweyali

ngakyali mulamu, (bagende) ku buvanjuba, mu-
nsi eyebuvanjuba. Nenaku ezemyaka ezobulamu 7
bwa Ibulaimu bweyamala ze zino, emyaka kiku-
mi mu nsanvu mwetano. Ibulaimu nata omuka 8
nafa ngamaze okuwangala obulungi, nga mukade,
(emyakagye) nga gitukiride ; natwalibwa eri aba-
ntube. Isaka ne Isimaeri batabanibe nebamuzika 9
mu mpuku ya Makapera, mu lusuku lwa Eferoni
omwana wa Zokala Omukiti, olutunulira Mamere;
olusuku abana ba Kesi lwebamuguza Ibulaimu : 10
Ibulaimu mwebamuzika omwo ne Sala muka-
ziwe. Awo olwatuka Ibulaimu ngamaze okufa 11
Katonda namuwa Isaka omwanawe omukisa ;
Isaka natula ku Beerirakairoi.

Era okusala kwa Isimaeri, omwana wa Ibulaimu 12
Agali Omumisiri, omuzana wa Sala, gweyazalira
Ibulaimu, kwe kuno : nabana ba Isimaeri, amanya 13
gabwe nga bwegali, nga bwebazalibwa, amanya
gabwe ge gano : omuberyeberye wa Isimaeri,
Nebayosi ; ne Kedalh, ne Adabeeri, ne Mibisamu,
ne Misima, ne Masa; Kadada ne Tema, Yetula, 14, 15
Nafisi, ne Kedema : abo ba bana ba Isimaeri, era 16
ago ge manya gabwe, ngebyalo byabwe bwebyali,
era nga bwebakuba ewema zabwe ; abalangira
kumi nababiri ngamawanga gabwe bwegali. Ne- 17
myaka gya Isimaeri gyeyamala, emyaka kikumi
mwasatu mu musanvu : nata omuka nafa ; natwa-
libwa eri abantube. Nebatula okuva ku Kavira 18
okutuka ku Sula ekitunulira Misiri, ngogenda
Ebwasuli : yatulanga mu maso ga bagandabe bona.

Nokuzala kwa Isaka, omwana wa Ibulaimu, 19
kwe kuno : Ibulaimu yazala Isaka : era Isaka 20
yali yakamaze emyaka ana bweyawasa Lebeka,
omwana wa Besueri Omusuli Owepadanalamu,
mwanyina wa Labani Omusuli, okuba mukaziwe.
Isaka namwegairirira Mukama mukaziwe, kuba- 21
nga yali mugumba : Mukama nawulira okwewairi-
rakwe, ne Lebeka mukaziwe naba olubuto. Aba- 22

na nebawakanira mundaye ; nayogera nti Bwekiri bwekityo, kyenva mbera omulamu kiki ? Na-
23 genda okubuza Mukama. Mukama namugamba nti

Amawanga abiri gali mu lubutolwo,
Nebika ebibiri biryawukana nokuva mu byendabyo :
Negwanga erimu lirisinga egwanga edala amanyi ;
Nomukulu aliwereza omuto.

24 Awo enakuze bwezatukirira okuzala, laba, neba-
25 ba abalongo mu lubutolwe. Nomuberyeberye navamu nga mumyufu, omubirigwe gwona nga gufanana ekyambalo ekyebyoya ; nebamutuma eri-
26 nyalye Esau. Mugandawe namudirira navamu, omukonogwe nga gukute ekisinziro kya Esau ; nerinyalye nebamutuma Yakobo : era Isaka yali yakamaze emyaka nkaga, (mukaziwe) bweyabazala.
27 Abalenzi nebakula : Esau naba omuizi owamagezi, omusaja owomunsiko ; ne Yakobo yali mu-
28 saja mutefu, atulanga mu wema. Era Isaka namwagala Esau, kubanga yalyanga ku muigo-
29 gwe : ne Lebeka namwagala Yakobo. Yakobo nafumba omugoyo : Esau naingira ngavude mu
30 nsiko, ngakoye nga talina manyi : Esau namugamba Yakobo nti Ndisa, nkwegairira, omugoyo ogwo omumyufu ; kubanga sirina manyi : erinya-
31 lye kyeryava litumibwa Edomu. Yakobo nayo-
32 gera nti Nguza lero ebyobukulubwo. Esau nayogera nti Laba, mbulako katono okufa : nebyobu-
33 kulu biringasa bitya ? Yakobo namugamba nti Ndairira lero ; namulairira : naguza Yakobo ebyo-
34 bukulubwe. Yakobo namuwa Esau emere nomugoyo gwebijanjalo ; nalya, nanywa, nagolokoka, neyegendera : bwatyo Esau nanyoma ebyobukulubwe.

26

NEWAGWA enjala munsi, endala so si eyo eyoluberyeberye eyagwa mu naku za Ibulaimu. Isaka nagenda eri Abimereka kabaka Wabafirisiti mu Gerala. Mukama namulabikira, nayogera nti Toserengeta mu Misiri; tula munsi gyenakugambako: bera munsi eno, nange ndibera wamu nawe, era ndikuwa omukisa; kubanga gwe nezaderyo ndibawa mwe ensi zino zona, era ndinyuweza ekirairo kyenalairira Ibulaimu kitawo; era ndyaza ezaderyo ngemunyenye ezomugulu, era ndiriwa ezaderyo ensi zino zona; ne mu zaderyo amawanga gona agomunsi mwegaliwerwa omukisa; kubanga Ibulaimu yawulira edobozi byange, neyekuma byenamukūtira, ebigambo byange, amateka gange, nebiragiro byange. Isaka natula mu Gerala: abasaja bayo nebamubuza ku mukaziwe; nayogera nti Ye mwanyinaze: kubanga yatya okwogera nti Mukazi wange; abasaja bawo baleme okunzita olwa Lebeka: kubanga yali mulungi okulaba. Awo olwatuka, bweyali amazeyo ebiro bingi, Abimereka kabaka Wabafirisiti natunulira mu kituli, nalaba, era, laba, Isaka yali ngazanya ne Lebeka mukaziwe. Abimereka naita Isaka, nayogera nti Laba, mazima ye mukaziwo: nawe wayogera otya nti Ye mwanyinaze? Isaka namugamba nti Kubanga nali njogera nti Neme okufa kububwe. Abimereka nayogera nti Kino kiki kyotukoze? omu ku bantu yandisuze ne mukaziwo nga talowoza, nawe wandituleseko omusango. Abimereka nakūtira abantu bona, ngayogera nti Buli anakwatanga ku musaja oyo oba mukaziwe talirema ku'tibwa. Isaka nasiga munsi eyo, nalaba mu mwaka ogwo emirundi kikumi: Mukama namuwa omukisa. Omusaja naba omukulu, neyeyongera yongera okutusa bweyali omukulu enyo: era yalina embuzize nenteze, nabadu bangi: nakwasa

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14

15 Abafirisiti obugya. Awo enzi'zi zona abadu ba-
kitawe zebasima mu naku za Ibulaimu kitawe,
Abafirisiti bali nga bazizibye era nga bazijuzi'za
16 etaka. Abimereka namugamba Isaka nti Genda
17 otuveko ; kubanga otusinga nyo amanyi. Isaka
navayo, nasimba ewemaze mu kiwonvu Ekyegerala,
18 natula omwo. Isaka nayerula enzi'zi zama'zi,
zebasima mu naku za Ibulaimu kitawe ; kubanga
Abafirisiti baziziba Ibulaimu bweyamala okufa:
naziita amanya gazo ngamanya bwegali kitawe
19 geyazituma. Abadu ba Isaka nebasima mu ki-
wonvu, nebalaba omwo olu'zi lwama'zi amalamu.
20 Nabasumba Abegerala nebawakanya abasumba ba
Isaka, nga bogera nti Ama'zi gafe : natuma olu'zi
erinya lyalwo E-eka ; kubanga bawakana naye.
21 Nebasima olu'zi olulala, era nolwo nebaluwakanira:
22 nalutuma erinya lyalwo Sitina. Najulukuka oku-
vayo, nasima olu'zi olulala ; nolwo nebataluwaka-
nira ; nalutuma erinya lyalwo Lekobosi ; nayogera
nti Kubanga kakano Mukama atugazii'za, nafe
23 tulyalira munsi. Navayo nayambuka Ebeeriseba.
24 Mukama namulabikira ekiro ekyo, nayogera nti
Nze Katonda wa Ibulaimu kitawo : totya, kubanga
nze ndi wamu nawe, era ndikuwa omukisa, era
ndyongera ezaderyo kubwomudu wange Ibulaimu.
25 Nazimba ekyoto eyo, nakowola erinya lya Muka-
ma, nasimba eyo ewemaye : neyo abadu ba Isaka
26 nebasimayo olu'zi. Abimereka nalyoka ava mu
Gerala nagenda gyali, ne Akuzasi mukwanogwe,
27 ne Fikoli omukulu wegyerye. Isaka nabagamba
nti Kiki ekibalese gyendi, bwemuba nga munkya-
28 wa, era mwangoba gyemuli ? Nebogera nti Twa-
labira dala nga Mukama ali nawe : netwogera nti
Wabere no ekirairo gyetuli, wakati wafe nawe, era
29 tulagane endagano nawe ; obutatukolerangako ka-
bi, nga fe bwetutakukwatangako, era nga bwetu-
takukoleranga kantu wabula ebirungi, era netuku-
sindika nemirembe ; kakano gwe oyo Mukama

gwawa omukisa. Nabafumbira embaga, neba- 30
lya nebanywa. Nebagolokoka enkya mu makya, 31
nebalairagana: Isaka nabasibula, nebamuvako ne-
mirembe. Awo olwatuka ku lunaku olwo, abadu 32
ba Isaka nebaja, nebamubulira ku lu'zi lwebali
basimye, nebamugamba nti Tulabye ama'zi. Na- 33
lutuma Siba: erinya lyekibuga kyeriva libera
Beeriseba ne lero.

Esau bweyali nga yakamaze emyaka ana nawasa 34
Yudisi omwana wa Beeri Omukiti, ne Basemasi
omwana wa Eroni Omukiti: nebabanakuwaza 35
Isaka ne Lebeka ememe zabwe.

27

Awo olwatuka Isaka bweyamala okukadiwa, na- 1
masoge nga gaimbade nokuinza nga takyainza
kulaba, naita Esau omwanawe omuberyeberye,
namugamba nti Mwana wange: namugamba nti
Nze nzuno. Nayogera nti Laba no, nze mukade, 2
simanyi lunaku lwendifirako. Kale kakano nkwe- 3
gairira, dira byoiza, omufukogwo nomutegogwo,
ogende mu nsiko, onjigire omuigo; era onongo- 4
seze enyama eyakawowo, nga bwenjagala, ogindetere,
ndye; obulamu bwange bukusabire omukisa nga
sinafa. Lebeka nawulira Esau bweyayogera ne 5
Esau omwanawe. Esau nagenda mu nsiko okuiga
omuigo, nokuguleta. Lebeka namugamba Yako- 6
bo omwanawe nti Laba, mpulide kitawo ngamu-
gamba Esau mugandawo nti Ndetera omuigo, 7
onongoseze enyama eyakawowo, ndye, nkusabire
omukisa mu maso ga Mukama nga sinafa. Kale 8
kakano, mwana wange, wulira edobozi lyange nge-
byo bwebiri byenkulagira. Genda kakano eri 9
embuzi, onkimireyo abana bembuzi abalungi ba-
biri; nange nazirongoseza kitawo okuba enyama
eyakawowo, nga bwayagala: nawe onogitwalira 10
kitawo, alye, alyoke akusabire omukisa nga tanafa.
Yakobo namugamba Lebeka nyina nti Laba, Esau 11

muganda wange ye musaja owobwoya, nange omu-
12 biri gwange guserera. Mpozi kitange anampe-
wetako, nange nafanana gyali ngomulimba: era
13 nereterako okukolimirwa, so si mukisa. Nyina
namugamba nti Okukolimirwakwo kubere kunze,
mwana wange: kino kyoka, wulira edobozi lyange,
14 ogende obinkimire. Nagenda, nakima, nabiretera
nyina: nyina nalongosa enyama eyakawowo, nga
15 kitawe bweyayagala. Lebeka nadira ebyambalo
ebirungi ebya Esau omwanawe omuberyeberye,
ebyali naye mu nyumba, namwambaza ebyo Ya-
16 kobo omwanawe omuto: nateka amaliba gabana
17 bembuzi ku ngaloze, ne ku nsingo awaserera: na-
muwa omwanawe Yakobo mu ngaloze enyama
18 eyakawowo nemere byeyali alongoseza. Naja eri
kitawe, nayogera nti Kitange: nayogera nti Nze
19 nzuno; gwani, mwana wange? Yakobo namu-
gamba kitawe nti Nze Esau omwanawo omube-
ryeberye; era nkoze nga bwondagide: golokoka,
nkwegairira, otule olye ku muigo gwange, obula-
20 mubwo bunsabire omukisa. Isaka namugamba
omwanawe nti Kiki ekikugulabisiza amangu
bwekityo, mwana wange? Nayogera nti Kubanga
21 Mukama Katondawo ambede. Isaka namugamba
Yakobo nti Sembera, nkwegairide, nkuweweteko,
mwana wange, oba gwe mwana wange Esau dala-
22 dala nantiki siye wuyo. Yakobo namusemberera
Isaka kitawe; namuwewetako, nayogera nti Edo-
bozi lye dobozi lya Yakobo, naye engalo ze ngalo
23 za Esau. Natamwekanya, kubanga engaloze zali-
ko obwoya, ngengalo za mugandawe Esau: awo
24 namusabira omukisa. Nayogera nti Gwe mwana
wange Esau daladala? Nayogera nti Nze nzuyo.
25 Nayogera nti Gunsembereze, nange nalya ku mui-
go ogwomwana wange, obulamu bwange bukusabire
omukisa. Nagusembeza gyali, nalya: namuletera
26 omwenge, nanywa. Kitawe Isaka namugamba
nti Sembera kakano, onywegere, mwana wange.

Nasembera, namunywegera: nawulira akalosa ake- 27
byambalobye, namusabira omukisa, nayogera nti
Laba, akalosa akomwana wange
Kali ng'anga akalosa akenimiro Mukama gya-
wade omukisa:
Era Katonda akuwe ku musulo oguva mu 28
gulu,
Ne ku bugimu obwensi,
Neng'ano nyingi nomwenge mungi:
Abantu bakuwereze, 29
Namawanga bakuvunamire:
Ofuge bagandabo,
Nabana ba nyoko bakuvunamire:
Akolimirwe buli akukolimira,
Era awebwe omukisa buli akusabira omukisa.
Awo olwatuka, Isaka bweyali nga kyaje amale oku- 30
sabira Yakobo omukisa, ne Yakobo ngakyaliwo
tanavira dala eri Isaka kitawe, Esau mugandawe
nalyoka aingira ngavude okuiga. Era naye na- 31
longosa enyama eyakawowo, nagiretera kitawe; na-
mugamba kitawe nti Kitange agolokoke, alye ku
muigo ogwomwanawe, obulamubwo bunsabire omu-
kisa. Isaka kitawe namugamba nti Gwani? Na- 32
yogera nti Nze mwanawo, omuberyeberyewo,
Esau. Isaka nakankana nyo nyini, nayogera nti 33
Kale ani oyo eyaize omuigo nagundetera, nange
ndide ku byona nga tonaja, nemusabira omukisa?
era naye nokuwebwa aliwebwa omukisa. Esau 34
bweyawulira ebigambo bya kitawe, nakaba okukaba
okunene enyo era okwenaku enyingi, namugamba
kitawe nti Nsabira nze, era nange, ai kitange.
Nayogera nti Mugandawo aze ngalimba, era 35
akugyeko omukisagwo. Nayogera nti Teyatūmi- 36
bwa bulungi (erinyalye) Yakobo? kubanga anyi-
ngide mu byange emirundi gino gyombi: yanzi-
yako ebyobukulu bwange; ne kakano, laba, anzi-
yeko omukisa gwange. Nayogera nti Tontereke-
de nange mukisa? Isaka nadamu namugamba 37

Esau nti Laba, muwade okukufuga gwe, ne baga-
ndabe bona mbawade eri ye okumuwereza ; era
mujanjabye neng'ano nomwenge : kale kiki kye-
38 nakukolera gwe, mwana wange? Esau namuga-
mba kitawe nti Olina omukisa gumu gwoka, kita-
nge? nsabira nze, era nange, ai kitange. Esau
39 naimusa edobozirye, nakaba. Isaka kitawe nada-
mu namugamba nti

Laba, enyumbayo eriba ya bugimu bwa nsi,
Era ya musulo oguva mu gulu wagulu ;
40 Nekitalakyo kye kirikuwa obulamu, era oli-
wereza mugandawo ;
Era olulituka bwolyesumatula,
Olikunkumula ekikoligokye okuva mu bula-
gobwo.

41 Esau nakyawa Yakobo olwomukisa kitawe gwe-
yamusabira : Esau nayogera mu mutimagwe nti
Enaku ezokukabira kitange ziritera okutuka ; ne-
42 ndyoka mu'ta muganda wange Yakobo. Nebamu-
bulira Lebeka ebigambo bya Esau omwanawe
omuberyeberye ; natuma naita Yakobo omwanawe
omuto, namugamba nti Laba, mugandawo Esau,
mu bigambobyo, yesanyusa, (ngatesa) okuku'ta.
43 Kale kakano, mwana wange, wulira edobozi lya-
nge ; ogolokoke, oduke eri Labani mwanyinaze
44 mu Kalani ; omaleyo naye enaku si nyingi, oku-
tusa obukambwe bwa mugandawo lwebulyekolo-
45 bya ; obusungu bwa mugandawo lwebulyekolo-
bya gyoli, naye lwalyerabira kyewamukolera: ne-
ndyoka ntuma, nenkugyayo: kiki ekyandinfisizako
mwe mwembi ku lunaku olumu?

46 Lebeka namugamba Isaka nti Obulamu bwange
bunkoyeseza olwabawala ba Kesi : Yakobo
bwaliwasa omukazi ku bawala ba Kesi, abali
ng'anga abo, ku bawala abomunsi eno, obulamu
28 bwange bulingasa butya? Isaka namuita Yako-
bo, namusabira omukisa, namukūtira, namugamba
2 nti Towasanga mukazi ku bawala ba Kanani. Go-

lokoka, ogende Epadanalamu, eri enyumba ya
Besueri kitawe wa nyoko; wewasize omukazi
alivayo ku bawala ba Labani mwanyina wa nyoko.
Era Katonda Omuinza webintu byona akuwe 3
omukisa, akwaze, akwongere, ofuke ekibina kya-
mawanga; era akuwe omukisa gwa Ibulaimu, gwe 4
nezaderyo awamu nawe; osikire ensi gyewata-
mbuliramu, Katonda gyeyamuwa Ibulaimu. Isa- 5
ka namusindika Yakobo: nagenda Epadanalamu
eri Labani, omwana wa Besueri Omusuli, mwa-
nyina wa Lebeka, nyina wa Yakobo ne Esau.
Era Esau nalaba nga Isaka yamusabira Yakobo 6
omukisa namusindika okugenda Epadanalamu,
okwewasizayo omukazi; era bweyamusabira omu-
kisa namukutira ngayogera nti Towasanga mu-
kazi ku bawala ba Kanani; era nga Yakobo nawu- 7
lira kitawe ne nyina, era ngagenze Epadanalamu:
Esau nalaba ngabawala ba Kanani tebasanyusa 8
Isaka kitawe; Esau nagenda eri Isimaeri, nawasa 9
wamu nabakazi beyalina Makalasi muwala wa
Isimaeri omwana wa Ibulaimu, mwanyina wa
Nebayosi, okuba mukaziwe.

Yakobo nava mu Beeriseba nagenda eri Kalani. 10
Natuka mu kifo, nasulawo nakesa obude, kubanga 11
enjuba yali egude; natwala erimu ku mainja ago-
mukifo, nalyezizika wansi womutwegwe, nagala-
mira mu kifo ekyo okwebaka. Nalota ekiroto, 12
era, laba, amadala agasimbibwa ku taka, nentiko
yago ngetuse mu gulu: era laba bamalaika ba
Katonda nga balinya era nga ba'ka kugo. Era, 13
laba, Mukama ngaimiride wagulu wago, nayogera
nti Nze Mukama, Katonda wa Ibulaimu jajawo,
era Katonda wa Isaka: ensi gyogalamideko, ndigi-
kuwa gwe nezaderyo; nezaderyo liriba ngenfufu 14
eyokunsi, era olibuna ebugwanjuba, nebuvanjuba,
nobukika obwa kono, nobwadyo: ne mugwe ne
mu zaderyo ebika byona ebyomunsi mwebiriwe-
rwa omukisa. Era, laba, nze ndi wamu nawe, 15

era nakukumanga gyonogendanga yona, era ndi-
kukomyawo munsi eno; kubanga sirikuleka oku-
16 tusa lwendimala okukola byenkugambyeko. Ya-
kobo nazukuka mu tulo, nayogera nti Mazima
Mukama ali mu kifo kino; nange mbade simanyi.
17 Natya, nayogera nti Ekifo kino nga kya ntisa!
(ekifo) kino ye nyumba ya Katonda dala mazima,
18 era gwe mulyango gwegulu. Yakobo nagolokoka
enkya mu makya, nadira ejinja lyeyezizise wansi
womutwegwe, nalisimba okuba empagi, nalifuka-
19 ko amafuta ku ntiko yalyo. Natuma ekifo ekyo
erinya lyakyo Beseri: naye erinya lyekibuga
20 lyali Luzi oluberyeberye. Yakobo neyeyama obwe-
yamo, ngayogera nti Katonda bwanabanga awamu
nange era bwanankumiranga mu kubo lino lye-
ng'endamu, era bwanampanga emere eyokulya,
21 nengoye ezokwambala, nokuda nenzira mu nyu-
mba ya kitange nemirembe, Mukama nalyoka
22 abera Katonda wange, nejinja lino, lyensimbye
okuba empagi, liriba enyumba ya Katonda: era
ku byona byolimpa sirirema kukuwa gwe ekitu-
ndu ekyekumi.

29

1 Yakobo nalyoka agenda ngatambula, naja munsi
2 eyabana abebuvanjuba. Natunula, era, laba, olu-
'zi mu nimiro, era, laba, ebisibo bisatu ebyendiga
nge zigalamide awo awali olu'zi: kubanga mu lu'zi
omwo mwebanywesanga ebisibo: nejinja eryali ku
3 kamwa kolu'zi lyali dene. Nebisibo byon-atule
nebikung'anira awo: nebayiringisa ejinja okuligya
ku kamwa kolu'zi, nebanywesa endiga, neba'za
4 ejinja ku kamwa kolu'zi, mu kifo kyalyo. Yako-
bo nabagamba nti Baganda bange, muva wa?
5 Nebogera nti Tuli ba Kalani. Nabagamba nti
Mumanyi Labani omwana wa Nakola? Nebogera
6 nti Tumumanyi. Nabagamba nti Mulamu? Ne-
bogera nti Mulamu: era, laba, Lakeri muwalawe

aja nendiga. Nayogera nti Laba, enjuba ekyali 7
mu lugya, so obude tebunatuka ensolo okukung'anyizibwa: munywese endiga, mugende muzirise.
Nebogera nti Tetuinza, ebisibo byonsatule nga 8
tebinakung'anyizibwa, nebayiringisa ejinja okuligya ku kamwa kolu'zi; netulyoka tunywesa endiga. Bweyali akyayogera nabo, Lakeri naja 9
nendiga za kitawe; kubanga ye yazirundanga.
Awo olwatuka Yakobo bweyalaba Lakeri muwala 10
wa Labani mwanyina wa nyina, Yakobo nasembera, nayiringisa ejinja naligya ku kamwa kolu'zi, nanywesa ekisibo kya Labani mwanyina wa nyina. Yakobo namunywegera Lakeri, naimusa 11
edobozirye, nakaba. Yakobo namubulira Lakeri 12
nga ye muganda wa kitawe, era nga ye mwana wa Lebeka: nadukana mbiro nabulira kitawe. Awo 13
olwatuka Labani bweyawulira ebigambo bya Yakobo omwana wa mwanyina, nadukana okumusisinkana, namugwa mu kifuba, namunywegera, namuingiza mu nyumbaye. Namubulira Labani ebigambo ebyo byona. Labani namugamba nti 14
Mazima gwoli gumba lyange era omubiri gwange.
Natula naye namalayo omwezi gumu. Labani 15
namugamba Yakobo nti Kubanga oli muganda wange kyekiva kikugwanira okumpererezanga obwerere? mbulira, emperayo eriba ki? Era 16
Labani yalina abawala babiri: erinya lyomukulu Lea, nerinya lyomuto Lakeri. Ne Lea ama- 17
soge gali magonvu; naye Lakeri yali mulungi namasoge ga kusanyusa. Yakobo namwagala La- 18
keri; nayogera nti Nakuwererezanga emyaka musanvu mpebwe Lakeri omwanawo omuto. Labani 19
nayogera nti Wakiri mukuwe gwe okusinga okumuwa omusaja omulala: bera nange. Yakobo 20
nawerereza emyaka musanvu awebwe Lakeri; negifanana ngenaku si nyingi olwokwagala kweyamwagala. Yakobo namugamba Labani nti 21
Mpa omukazi wange, kubanga enaku zange zitu-

22 kiride, nyingire gyali. Labani nakung'anya aba-
23 saja bona abomukifo, nafumba embaga. Awo
olwatuka akawungezi nadira Lea omwanawe, na-
24 muletera; naingira gyali. Labani namuwa Ziripa
muzanawe eri omwanawe Lea okuba omuzana.
25 Awo olwatuka enkya nalaba nga ye Lea: namuga-
mba Labani nti Kino kiki kyonkoze? sakuwereza
26 lwa Lakeri? kale kiki ekikunimbiza? Labani
nayogera nti Tebakola bwebatyo mu kifo kyafe
27 okuwa omuto okusoka omuberyeberye. Mala
enaku musanvu ezoyo, netulyoka tukuwa nomulala
olwokuwereza kwonomperezanga nate emyaka omu-
28 sanvu emirala. Yakobo nakola bwatyo, namala
enakuze musanvu: namuwa Lakeri omwanawe
29 okumuwasa. Labani namuwa Lakeri omwanawe
30 Bira omuzanawe okuba omuzanawe. Era naingira
neri Lakeri, era namwagala Lakeri okusinga Lea,
namuwerereza nate emyaka musanvu emirala.
31 Mukama nalaba nga Lea yakyaibwa, nasumulula
32 olubutolwe: naye Lakeri yali mugumba. Lea
naba olubuto, nazala omwana owobulenzi, namu-
tuma erinyalye Leubeni: kubanga yayogera nti
Kubanga Mukama atunulide ekibonobono kyange;
33 kubanga kakano baze ananjagala. Naba olubuto
nate nazala omwana owobulenzi; nayogera nti
Kubanga Mukama yawulira nga nkyaibwa, kya-
vude ampa nomwana ono era: namutuma erinyalye
34 Simeoni. Naba olubuto nate, nazala omwana
owobulenzi; nayogera nti Kale no omulundi guno
baze anegata nange, kubanga muzalide abana abo-
bulenzi basatu: erinyalye kyeryava litumibwa
35 Levi. Naba olubuto nate, nazala omwana owo-
bulenzi: nayogera nti Omulundi guno namute-
ndereza Mukama: kyeyava amutuma erinyalye
Yuda; nalekera awo okuzala.

30

LAKERI bweyalaba nga tamuzalira Yakobo bana, 1
Lakeri nakwatirwa obugya mugandawe; namu-
gamba Yakobo nti Mpa abana, oba tompe, nafa.
Nobusungu bwa Yakobo nebumwakira Lakeri: 2
nayogera nti Nze ndi mu kifo kya Katonda, eyaku-
'ma ebibala ebyolubuto? Nayogera nti Laba omu- 3
zana wange Bira, ingira gyali; alyoke azalire ku
mavivi gange, era nange nfune abana muye. Na- 4
muwa Bira omuzanawe okumuwasa: Yakobo
naingira gyali. Bira naba olubuto, namuzalira 5
Yakobo omwana owobulenzi. Lakeri nayogera 6
nti Katonda ansalide omusango, era ampulide
edobozi lyange, era ampade omwana owobulenzi:
kyeyava amutuma erinyalye Dani. Bira omuzana 7
wa Lakeri naba olubuto nate, namuzalira Yakobo
omwana owobulenzi owokubiri. Lakeri nayogera 8
nti Meganye ne muganda wange okumegana okwa-
mānyi, era me'ze: namutuma erinyalye Nafutali.
Lea bweyalaba ngalekede awo okuzala, nadira Zi- 9
ripa omuzanawe, namuwa Yakobo okumuwasa.
Ziripa omuzana wa Lea namuzalira Yakobo omwa- 10
na owobulenzi. Lea nayogera nti Kirungi! na- 11
mutuma erinyalye Gada. Ziripa omuzana wa Lea 12
namuzalira Yakobo omwana owobulenzi owokubiri.
Lea nayogera nti Ndabye omukisa! kubanga aba- 13
wala banampitanga wa mukisa: namutuma eri-
nyalye Aseri. Leubeni nagenda mu naku mwe- 14
bali bakungulira eng'ano, nalaba amadudaimu mu
nimiro, nagaletera nyina Lea. Awo Lakeri namu-
gamba Lea nti Mpa, nkwegairide, ku madudaimu
agomwanawo. Namugamba ye nti Kigambo ki- 15
tono okunziyako baze? era oyagala okunziyako
namadudaimu agomwana wange? Lakeri namu-
gamba nti Kyanava asula nawe ekiro kino olwa-
madudaimu agomwanawo. Yakobo nava mu ni- 16
miro akawungezi, Lea nafuluma okumusisinkana,

nayogera nti Kikugwanira okuingira gyendi; kubanga mazima nkuwerede amadudaimu agomwana
17 wange. Nasula naye ekiro ekyo. Katonda nawulira Lea, naba olubuto, namuzalira Yakobo
18 omwana owobulenzi owokutano. Lea nayogera nti Katonda ampade empera yange, kubanga namuwa baze omuzana wange: namutuma erinya-
19 lye Isakali. Lea naba olubuto nate, namuzalira
20 Yakobo omwana owobulenzi owomukaga. Lea nayogera nti Katonda ampade ekirabo ekyobugole ekirungi; kakano baze anatulanga nange, kubanga muzalide abana abobulenzi mukaga: namutuma
21 erinyalye Zebuluni. Oluvanyuma nazala omwana
22 owobuwala, namutuma erinyalye Dina. Katonda najukira Lakeri; Katonda namuwulira, nagula olu-
23 butolwe. Naba olubuto, nazala omwana owobulenzi: nayogera nti Katonda anziyeko okuvumi-
24 bwa kwange: namutuma erinyalye Yusufu, ngayogera nti Mukama anyongereko omwana omulala owobulenzi.

25 Awo olwatuka, Lakeri bweyamala okuzala Yusufu, Yakobo nagamba Labani nti Nsindika ng'ende
26 mu kifo kyewafe, era munsi eyewafe. Mpa bakazi bange nabana bange benakuwererezanga, negendere: kubanga omanyi okuwereza kwange kwenaku-
27 werezanga. Labani namugamba nti Kakano obanga ndabye ekisa mu masogo, (bera wano: kubanga) nfumitiriza nga Mukama yampa omukisa ku-
28 bubwo. Nayogera nti Nsalira emperayo, nange
29 nagiwa. Namugamba nti Omanyi bwenakuwere-
30 zanga, era ebīsibobyo bwebyali nange. Kubanga byewalina nga sinaja bitono, era byeyongede okuba ebingi; era Mukama akuwade omukisa gyenakyukiranga yona: ne kakano ndifuna di
31 ebyenyumba yange nze era? Nayogera nti Nakuwa ki? Yakobo nayogera nti Toliko kyonompa: bwolinkolera kino, nalundanga nate ekisibokyo,
32 nakikumanga. Naita lero mu kisibokyo kyona, nga

nziyamu buli eya bujagijagi neya bitanga, na buli nzirugavu mu ndiga, neza bitanga neza bujagijagi mu mbuzi: era yeriba empera yange. Bwebutyo 33
obutukirivu bwange bulimpolereza oluvanyuma, bwolija olwempera yange eri mu ma-ogo: buli eteri ya bujagijagi oba eya bitanga mu mbuzi, oba nzirugavu mu ndiga, eyo (bwerirabika) nange eribalibwa nga nzibe. Labani nayogera nti Laba, 34
nandyagade kibere ngekigambokyo bwekiri. Na- 35
gyamu ku lunaku olwo embuzi enume eza biwuga neza bitanga nembuzi enkazi zona eza bujagijagi neza bitanga, buli eyaliko ebala ejeru, nenzirugavu zona mu ndiga, naziwa mu mukono gwabanabe; na- 36
sawo ougendo lwa naku satu wakatiwe ne Yakobo: Yakobo nalunda ebisibo bya Labani ebyasigalawo.
Yakobo nadira obuti bwomulibine omubisi, no- 37
bwomusakedi nobwomwalamoni; nabusasambulako engudo ezitukula, nalabisa obutukuvu obwali ku buti. Nasimba obuti bwasasambude mu maso 38
gebisibo ku manvu mu byesero ebyokunywesezamu ebisibo webyaja okunywa; neziwaka amawako bwezaja okunywa. Ebisibo nebiwakira mu maso 39
gobuti, ebisibo nebizala eza biwuga neza bujagijagi neza bitanga. Yakobo nayawula mu bana, natu- 40
nuza amaso gekisibo eri aba biwuga, neri abadugavu bona abomukisibo kya Labani; nayawulako ebisibobye, natabigata nekisibo kya Labani. Awo 41
olwatuka ezalina amanyi mu kisibo bwezawakanga, Yakobo nateka obuti mu maso gekisibo mu byesero, ziwakire awali obuti; naye ekisibo bwekya- 42
banga ekibi, natabusangawo: bwezityo embi ze zabanga za Labani, nezamānyi nga ze za Yakobo.
Omusaja neyeyongera nyo, naba nebisibo binene, 43
nabazana nabadu, nengamira nendogoi.

31

1 Nawulira ebigambo ebyabana ba Labani, nga
bogera nti Yakobo byona ebyali bya kitafe abimu-
gyeko; era mwebyo ebyali bya kitafe mwafunide
2 ekitibwa ekyo kyona. Yakobo nalaba amaso ga
Labani, era laba, tegakyafanana gyali, ngoluberye-
3 berye. Mukama namugamba Yakobo nti Dayo
munsi ya bajajabo, era eri bagandabo; nange ndi-
4 bera wamu nawe. Yakobo natuma naita Lakeri
ne Lea baje mu dundiro awali ekisibokye, naba-
5 gamba nti Ndabye amaso ga kitamwe nga tega-
kyafanana gyendi ngoluberyeberye; naye Kato-
6 nda wa kitange yaberanga nange. Era mumanyi
nga nawerezanga kitamwe namanyi gange gona.
7 Era kitamwe yanimba, nawanyisa empera yange
emirundi kumi; naye Katonda teyamuganya
8 kunkola bubi. Bweyayogeranga bwati nti Eza
bujagijagi ze ziriba emperayo; ekisibo kyona
nekizala eza bujagijagi: era bweyayogeranga
bwati nti Eza biwuga ze ziriba emperayo; ekisibo
9 kyona nekizala eza biwuga. Bwatyo Katonda
ensolo za kitamwe yazimugyako, nazimpa nze.
10 Awo olwatuka mu biro ekisibo bwekyawaka ama-
wako, nenyimusa amaso gange, nendabira mu
kiroto, era, laba, embuzi enume ezalinyira ekisibo
zali za biwuga, neza bujagijagi, neza kiweyoweyo.
11 Malaika wa Katonda nang'ambira mu kiroto nti
12 Yakobo: nenjogera nti Nze nzuno. Nayogera nti
Imusa kakano amasogo, olabe, embuzi zona enume
ezirinyira ekisibo za biwuga, neza bujagijagi, neza
kiweyoweyo: kubanga ndabye byona Labani bya-
13 kukolera. Nze Katonda Webeseri, gyewafukira
amafuta ku mpagi, gyewaneyamira obweyamo:
kakano golokoka, ove munsi eno, odeyo munsi gye-
14 wazalirwamu. Lakeri ne Lea nebadamu nebamu-
gamba nti Tukyalina omugabo oba busika mu
15 nyumba ya kitafe? Tetubalibwa nga banagwanga

gyali? kubanga yatutunda, era nebintu byafe abi-
riride dala. Kubanga obugaga bwona Katonda 16
bwagye ku kitafe, bwe bwafe era bwa bana bafe:
kale kakano, kyona Katonda kyakugambye, kikole.
Yakobo nalyoka agolokoka, neyebagaza abanabe 17
ne bakazibe ku ngamira; natwala naye ebisibobye 18
byona, nebintu byona byeyali akung'anyiza, ebi-
sibo byeyali afunye, byeyakung'anyiza mu Pada-
nalamu, agende eri Isaka kitawe munsi ya Ka-
nani. Labani yali agenze okusala ebyoya byendi- 19
gaze: Lakeri na'ba baterafi ba kitawe. Yakobo 20
nagenda mu kyama Labani Omusuli nga tamanyi,
kubanga teyamubulira ngaduka. Bwatyo naduka 21
ne byona byeyalina; nagolokoka nawunguka
Omuga, nakyusa amasoge eri olusozi olwa Gireada.
Nebabulira Labani ku lunaku olwokusatu nga 22
Yakobo yaduka. Natwala naye bagandabe, namu- 23
goberera olugendo lwa naku musanvu; namutu-
kako ku lusozi olwa Gireada. Katonda najira 24
Labani Omusuli mu kiroto ekyekiro, namugamba
nti Wekume oleme okwogera ne Yakobo newaku-
bade ebirungi newakubade ebibi. Labani natuka 25
ku Yakobo. Yakobo yali asimbye ewemaye ku
lusozi: ne Labani ne bagandabe nebasimba ku
lusozi olwa Gireada. Labani namugamba Yakobo 26
nti Wakola ki, okugenda ekyama nga simanyi,
notwalira dala abana bange ngabanyagibwa ne-
kitala? Kiki ekyakudusa ekyama ngonkisa ngo- 27
genda; notombulira, ndyoke nkusibule neki-
nyumu nenyimba, nebitasa nenanga; notong'anya 28
kunywegera batabani bange ne bawala bange? ka-
kano okoze kya busirusiru. Kiri mu buinza bwo- 29
mukono gwange okukukola obubi: naye Katonda
wa kitamwe yayogede nange ekiro, nti Wekume
oleme okwogera ne Yakobo newakubade ebirungi
newakubade ebibi. Ne kakano oyagala nyo oku- 30
genda, kubanga olumirwa nyo enyumba ya kitawo,
(naye) kyewava o'ba bakatonda bange kiki? Yako- 31

bo nadamu nagamba Labani nti Kubanga natya:
kubanga nayogera nti Oleme okunziyako bawalabo
32 olwempaka. Buli gwonolaba ngalina bakatondabo,
tabe mulamu: mu maso ga baganda bafe yawu-
lamu ebibyo ebiri zwange, obyetwalire. Kuba-
nga Yakobo yali tamanyi nga Lakeri ye yaba'ba.
33 Labani naingira mu wema ya Yakobo, ne mu
wema ya Lea, ne mu wema eyabazana bombi;
naye natabalaba. Nava mu wema ya Lea, naingira
34 mu wema ya Lakeri. Lakeri yali atute baterafi,
nabasa mu matandiko gengamira, nabatulako.
Labani nayaza mu wema yona, naye natabalaba.
35 Nagamba kitawe nti Mukama wange aleme oku-
sunguwala kubanga siinza kuimirira woli; kuba-
nga empisa eyabakazi eri kunze. Nanonya, naye
36 natalaba baterafi. Yakobo nasunguwala, na-
yomba ne Labani: Yakobo nadamu nagamba
Labani nti Okwonona kwange kiki? ekibi kyange
37 kiki gwe okungoberera embiro? Kubanga oya-
ziza ebintu byange byona, kiki kyolabye ku bintu
byona ebyomunyumbayo? Kiteke wano mu maso
ga baganda bange ne bagandabo, batusalire omu-
38 sango fembi. Emyaka egyo abiri naberanga
nawe; endigazo nembuzizo enkazi tezisowolanga,
39 nenume ezomukisibokyo siziryanga. Eyatagu-
lwanga ensolo sakuletera; nze nafirwanga eyo;
wagivunananga mu mukono gwange, obanga ya-
40 'bibwanga misana oba ya'bibwanga kiro. Bwena-
beranga bwentyo; emisana omusana gwanzigwera-
ngako, nekiro empewo; notulo twambulanga mu
41 maso gange. Emyaka egyo abiri naberanga mu
nyumbayo; nakuwererezanga emyaka kumi nena
olwa bawalabo bombi, nemyaka mukaga olwe-
kisibokyo; nawe wawanyisa empera yange emi-
42 rundi kumi. Singa Katonda wa kitange, Katonda
wa Ibulaimu, era Entisa ya Isaka, teyaberanga
nange, kakano tewandiremye kunsindika bwerere.
Katonda alabye okubonabona kwange nokute-

gana kwemikono gyange, nakujunga ekiro. La- 43
bani nadamu nagamba Yakobo nti Abawala be ba-
wala bange, nabana be bana bange, nebisibo bye
bisibo byange, ne byona byolaba bye byange: ne
lêro nyinza kukolera ki abawala bange bano, oba
bana babwe bebazala? Kale no kakano, tulagane 44
endagano, nze nawe; ebere omujulirwa eri nze
nawe. Yakobo nadira ejinja, nalisimba okuba 45
empagi. Yakobo nagamba bagandabe nti Muku- 46
ng'anye amainja; nebadira amainja, nebatuma
entumo: nebalira awo awali entumo. Labani na- 47
gituma erinya Yegalasakadusa: naye Yakobo na-
gituma Galeeda. Labani nayogera nti Entumo 48
eno ye mujulirwa eri nze nawe lero. Erinya lya-
yo kyeryava litumibwa Galeeda: era Mizipa, ku- 49
banga yayogera nti Mukama atunulenga wakati
wange nawe, bwetuliba nga tetukyalabagana.
Bwolibonyabonya abana bange, era bwoliwasa 50
abalala awali abana bange, tewali muntu ali nafe;
laba, Katonda ye mujulirwa wakati wange nawe.
Labani nagamba Yakobo nti Laba entumo eno, era 51
laba nempagi eno, gyensimbye wakati wange
nawe. Entumo eno ebere omujulirwa, nempagi 52
ebere omujulirwa, nga nze siriita ku ntumo eno
(okugenda) gyoli, era nga nawe toliita ku ntumo
eno nempagi eno okuja gyendi, okukola obubi.
Katonda wa Ibulaimu, era Katonda wa Nakola, 53
Katonda wa kitabwe, alamule wakati wafe. Ya-
kobo nalaira Entisa ya kitawe Isaka. Yakobo 54
nawerayo sadaka ku lusozi, naita bagandabe oku-
lya emere: nebalya emere, nebabera ku lusozi
nebakesa obude. Awo enkya mu makya Labani 55
nagolokoka, nanywegera batabanibe ne bawalabe
nabasabira omukisa: Labani nagenda, nadayo mu
kifokye. Yakobo neyegendera, ne bamalaika ba 32
Katonda nebamusisinkana. Yakobo bweyabalaba 2
nayogera nti Lino lye gye lya Katonda: natuma
ekifo ekyo erinya lyakyo Makanaimu.

3 Yakobo natuma ababaka okumukulembera eri
Esau mugandawe munsi ya Seira, ye nimiro ya
4 Edomu. Nabalagira ngayogera nti Bwemuti bwe-
muligamba mukama wange Esau; nti Bwati bwa-
yogera omuduwo Yakobo nti Natulanga ne
5 Labani, nemberayo okutusa kakano: era nina ente
nendogoi nebisibo, nabadu nabazana: era ntumye
okubulira mukama wange, ndabe ekisa mu masogo.
6 Ababaka nebakomawo eri Yakobo nga bogera nti
Twatuka eri mugandawo Esau, era aja okukusisi-
7 nkana, nabasaja bina wamu naye. Yakobo nalyo-
ka atya nyo neyeralikirira: nayawulamu abantu
abali naye, nebisibo, nente, nengamira, okuba ebi-
8 bina ebibiri; nayogera nti Esau bwanatukira ku
kibina ekimu nakikuba, ekibina ekinasigalawo
9 kinawona. Yakobo nayogera nti Ai Katonda wa
jaja wange Ibulaimu, era Katonda wa kitange
Isaka, ai Mukama, eyang'amba nti Dayo munsi
yewamwe era eri bagandabo, nange ndikukola bu-
10 lungi: sisanira (newakubade) akatono mu kusasira
kwona, namazima gona, byewagirira omuduwo;
kubanga nawunguka Yolidani guno nga nina mugo
11 gwoka; ne kakano nfuse ebibina bibiri. Nkwe-
gairira, mponya mu mukono gwa muganda wange,
mu mukono gwa Esau: kubanga mutya, aleme
12 okuja okunzita, (ne) nyabwe nabanabe. Nawe
wayogera nti Sirirema kukukola bulungi, era ndi-
fula ezaderyo ngomusenyu ogwokunyanja, ogutа-
13 balika olwobungi. Nasula awo ekiro ekyo: natola
kwebyo byeyali nabyo okuba ekirabo kya Esau
mugandawe; embuzi enkazi bibiri nenume abiri,
14 endiga enkazi bibiri nenume abiri, engamira ezira-
15 mulwa asatu nabana bazo, ente enkazi ana neza
sedume kumi, endogoi enkazi abiri nabana bazo
16 kumi. Nabiwa mu mukono gwabadube, buli
kisibo kyoka; nagamba abadube nti Munkule-
mbere musomoke, musewo ebanga wakati wekisibo
17 nekisibo. Nalagira eyakulembera ngayogera nti

Esau muganda wange bwanakusisinkana, nakubuza nti Oli wani? era ogenda wa? nebyo ebiri mu masogo byani? nolyoka ogamba nti Bya muduwo Yakobo; kye kirabo ekiwerezebwa mukama wange Esau; era, laba, naye ali nyuma wafe. Era nalagira nowokubiri nowokusatu ne bona abagoba ebisibo, ngayogera nti Bwemuti bwemunagamba Esau, bwemunamulaba; era munayogera nti Era, laba, omuduwo Yakobo ali nyuma wafe. Kubanga yayogera nti Namuwoyawoya nekirabo ekinankulembera nendyoka mulaba amasoge; mpozi ananyaniriza. Awo ekirabo nekimukulembera nekisomoka: naye ye nyini nasula ekiro ekyo wamu nekibina.

Nagolokoka ekiro ekyo, nadira bakazibe bombi, nabazanabe bombi, nabanabe ekumi nomu, nasomokera mu musomoko gwa Yaboka. Nabatwala, nabasomosa omuga, nasomosa byona byeyalina. Yakobo nasigalayo yeka; omusaja namegana naye okutusa emambya bweyasala. Era bweyalaba nga taja kumumega, nakoma ku mbalakasoye; embalakaso ya Yakobo neyerega, ngamegana naye. Nayogera nti Nta, kubanga emambya esala. Nayogera nti Sija kukuta, wabula ngompade omukisa. Namugamba nti Erinyalyo gwani? Nayogera nti Yakobo. Nayogera nti Erinyalyo teryaitibwa Yakobo, wabula Isiraeri: kubanga owakanye ne Katonda era nabantu, era osinze. Yakobo namubuza nayogera nti Nkwegairide, mbulira erinyalyo. Nayogera nti Kiki ekikumbuzisa erinya lyange? Namuwera eyo omukisa. Yakobo natuma ekifo erinya lyakyo Penieri: kubanga ndabaganye ne Katonda mu maso, nobulamu bwange buwonye. Enjuba nevayo nemwakako ngavununka Penueri, nawenyera ekisambikye. Abana ba Isiraeri kyebava balema okulya ekinywa kyekisambi ekiri ku mbalakaso, okutusa lero: kubanga yakoma ku mbalakaso ya Yakobo mu kinywa kyekisambi.

18 19 20 21 22 23 24 25 26 27 28 29 30 31 32

33

1 YAKOBO naimusa amasoge, natunula, era, laba,
Esau ngaja, nabasaja bina wamu naye. Naga-
2 bira abana Lea ne Lakeri nabazana bombi. Na-
teka abazana nabana babwe mu maso, nabadiriza
Lea nabanabe, navisako enyuma Lakeri ne Yu-
3 sufu. Naye ye nyini nakulembera mu maso
gabwe, navunama wansi emirundi musanvu,
4 okutusa bweyasemberera mugandawe. Esau
nadukana mbiro okumusisinkana, namukwata
mu ngalo, namugwa mu kifuba, namunywegera:
5 nebakaba amaziga. Naimusa amasoge, nalaba
abakazi nabana; nayogera nti Bani bano abali
nawe? Nayogera nti Abo be bana Katonda
6 beyawa omuduwo olwekisa. Abazana nebalyoka
7 basembera, bo nabana babwe, nebavunama. Era
ne Lea nabanabe nebasembera, nebavunama:
Yusufu ne Lakeri nebalyoka basembera, nebavu-
8 nama. Nayogera nti Ekibina ekyo kyona kye-
nsisinkanye amakulu gakyo ki? Nayogera nti
9 Okulaba ekisa mu maso ga mukama wange. Esau
nayogera nti Byenina bimala; muganda wange,
10 byolina bibe bibyo. Yakobo nayogera nti Neda,
nkwegairide, kakano obanga ndabye ekisa mu ma-
sogo, kiriza ekirabo kyange mu mukono gwange:
kubanga ndabye amasogo, ngomuntu bwalaba
11 amaso ga Katonda, nonsanyukira. Nkwegairide,
tola ekirabo kyange kyebakuletede; kubanga
Katonda ankolede ebyekisa, era kubanga byenina
12 bimala. Namwegairira, nakitwala. Nayogera nti
Tukwate ekubo tugende, nange nakukulembera.
13 Namugamba nti Mukama wange amanyi ngabana
tebalina manyi, era ngendiga nente eziri nange
ziyonsa: era bwebalibigoba enyo ku lunaku olu-
14 mu, ebisibo byona birifa. Nkwegairide, Mukama
wange akulembere omuduwe: nange nagenda
mpola, ngokutambula kwensolo eziri mu maso

gange era ngokutambula kwabana bwekuli, ntuke awali mukama wange mu Seira. Esau nayogera nti Kankulekere kakano ku bantu abali nange. Nayogera nti Si musango: ndabe ekisa mu maso ga mukama wange. Awo Esau nadayo ku lunaku olwo ngagenda Eseira. Yakobo natambula nagenda Esukosi, neyezimbira enyumba, nakolera ensoloze engo: erinya lyekifo kyeriva liitibwa Sukosi.

Yakobo natuka mirembe mu kibuga kya Sekemu, ekiri munsi ya Kanani, bweyava mu Padanalamu; nasisira mu maso gekibuga. Nagula ekibanja, gyeyasimba ewemaye, mu mukono gwabana ba Kamola, kitawe wa Sekemu, nebitundu byefeza kikumi. Nasimbayo ekyoto, nakituma erinya lyakyo Ererokeisiraeri.

34

Dina omwana wa Lea, gweyazalira Yakobo, nafuluma nagenda okulaba abawala abomunsi. Sekemu omwana wa Kamola Omukivi, omukulu wensi, namulaba; namutwala, nasula naye, namwata. Nobulamubwe nebwegata ne Dina omwana wa Yakobo, namwagala omuwala oyo, nayogera nomuwala nekisa. Sekemu nagamba kitawe Kamola nti Mpasiza omuwala oyo. Yakobo nawulira nga yagwagwawaza Dina omwanawe; nabanabe bali nensoloze mu dundiro: Yakobo nasirika okutusa lwebada. Kamola kitawe wa Sekemu nafuluma eri Yakobo okutesa naye. Abana ba Yakobo nebava mu dundiro nebaingira bwebakiwulira: abasaja nebanakuwala, nebasunguwala nyo, kubanga yali akoze ekyomuzizo mu Isiraeri bweyasula nomwana wa Yakobo; ekitagwanira kukola. Kamola natesa nabo ngayogera nti Obulamu bwomwana wange Sekemu bulumirwa omuwala wamwe: mbegairira mumuwe oku-

9 muwasa. Era mufumbiriganwenga nafe; mutu-
wenga fe abawala bamwe, era muwasenga mwe
10 abawala bafe. Era mulitula wamu nafe: nensi
eriba mu maso gamwe; mutule omwo mugule,
11 mwefunire ebintu omwo. Sekemu nagamba
kitawe ne bagandabe nti Ndabe ekisa mu maso
12 gamwe, era kyemunansalira kyenabawa. Aka-
simo nekirabo byemunansaba bwebinenkana wona,
nange nabawa bwentyo nga bwemunang'amba:
13 naye mumpe omuwala okumuwasa. Abana ba
Yakobo nebadamu Sekemu ne Kamola kitawe nga
bakusa nebogera, kubanga yali agwagwawaziza
14 Dina mwanyinabwe, nebabagamba nti Tetuinza
kukola kino, okumuwa mwanyinafe atali muko-
mole; kubanga ekyo kyandibade nsonyi gyetuli:
15 endagano eno yoka yeja okutukirizisa mwe:
bwemunakiriza okuba nga fe, buli musaja mumwe
16 okukomolebwa; netulyoka tubawanga abawala
bafe, nafe tunawasanga abawala bamwe, nafe
tulitula wamu namwe, era tulifuka gwanga limu.
17 Naye bwemutatuwulire, okukomolebwa; netulyo-
18 ka tutwala omuwala wafe, netugenda. Ebigambo
byabwe nebisanyusa Kamola, ne Sekemu omwana
19 wa Kamola. Omuvubuka natalwawo kukola ekyo,
kubanga yasanyukira omuwala wa Yakobo: era
yalina ekitibwa okusinga enyumba yona eya
20 kitawe. Kamola ne Sekemu omwanawe nebaja
mu wankaki wekibuga kyabwe, nebatesa nabasaja
21 abomukibuga kyabwe, nga bogera nti Abasaja
abo tebagala kulwana nafe; kale batule munsi
bagule omwo; kubanga, laba, ensi ngazi, eriba-
mala; fe tuwasenga abawala babwe, era tubawe
22 bo abawala bafe. Endagano eno yoka yeja oku-
bakirizisa abasaja abo fe okutula nabo, okufuka
egwanga erimu, buli musaja mufe bwalikomo-
23 lebwa, nga bo bwebakomolebwa. Ente zabwe
nebintu byabwe nensolo zabwe zona tebiriba
byafe? naye kyoka tubakirize, nabo balitula nafe.

Ne Kamola ne Sekemu omwanawe bona abavanga 24
mu wankaki wekibugakye nebabawulira; buli
musaja nakomolebwa, buli eyavanga mu wankaki
wekibuga. Awo olwatuka ku lunaku olwokusatu, 25
bwebali nga balumwa, abana ba Yakobo ababiri,
Simeoni ne Levi, banyina ba Dina, nebadira buli
muntu ekitalakye, nebalumba ekibuga nga teba-
manyiride, neba'ta abasaja bona. Neba'ta Kamola 26
ne Sekemu omwanawe nekitala, nagya Dina mu
nyumba ya Sekemu, nebavayo. Abana ba Yakobo 27
nebabasanga nga baba'se, nebanyaga ekibuga, ku-
banga bagwagwawaza mwanyinabwe. Banyaga 28
endiga zabwe nembuzi zabwe nendogoi zabwe,
nebyo ebyali mu kibuga, nebyo ebyali mu nimiro;
nobugaga bwabwe bwona, nabana babwe bona 29
abato nabakazi babwe, nebabasiba nebabanyaga,
byona dala ebyali mu nyumba. Yakobo nagamba 30
Simeoni ne Levi nti Muneralikiri'za, okumpunyisa
mwabo abatula munsi, mu Bakanani ne mu Bape-
rizi: nange, kubanga omuwendo gwange mutono,
balikung'ana bona okunumba, balinkuba: nange
ndizikirizibwa, nze nenyumba yange. Nebogera 31
nti Kirungi akole mwanyinafe ngomwenzi?

35

Katonda nagamba Yakobo nti Golokoka, oya- 1
mbuke Ebeseri, otule eyo: ozimbire eyo ekyoto
eri Katonda, eyakulabikira bwewaduka amaso ga
Esau mugandawo. Yakobo nalyoka agamba abo- 2
munyumbaye nabo bona abali naye nti Mugyewo
bakatonda abalala abali mumwe, mwetukuze, mu-
wanyise ebyambalo byamwe: tugolokoke, twa- 3
mbuke Ebeseri: nange ndizimbira eyo ekyoto eri
Katonda, eyanziramu ku lunaku olwokweralikirira
kwange, era eyabanga nange mu kubo lyenata-
mbuliramu. Nebamuwa Yakobo bakatonda aba- 4
lala bona abali mu mukono gwabwe, nempeta

ezali mu matu gabwë; Yakobo nabikweka wansi
5 womwera ogwali mu Sekemu. Nebatambula:
nentisa enyingi negwa ku bibuga ebyabetolola,
6 nebatagoberera bana ba Yakobo. Awo Yakobo
natuka Eruzi, ekiri munsi ya Kanani [ye Beseri],
7 ye nabantu bona abali naye. Nazimbira eyo
ekyoto, natuma ekifo Eribeseri: kubanga eyo
Katonda gyeyamubikulirwa, bweyaduka amaso
8 ga mugandawe. Debola, omulezi wa Lebeka,
nafa, nebamuzika emanga Webeseri wansi wo-
mwera: nebagutuma erinya Alonibakusi.
9 Katonda nalabikira nate Yakobo, bweyava mu
10 Padanalamu, namuwa omukisa. Katonda namu-
gamba nti Erinyalyo Yakobo: erinyalyo tokyai-
tibwa nate Yakobo, naye Isiraeri lye liriba
11 erinyalyo: namutuma erinya Isiraeri. Katonda
namugamba nti Nze Katonda Omuinza webintu
byona: oyale weyongere; egwanga nekibina ekya-
mawanga biriva mugwe, ne bakabaka baliva mu
12 ntumbwezo; nensi gyenawa Ibulaimu ne Isaka,
ndigikuwa gwe, nezaderyo eriridawo ndiriwa ensi.
13 Katonda nava gyali nalinya mu kifo mweyayo-
14 gerera naye. Yakobo nasimba empagi mu kifo
mweyayogerera naye, empagi eyamainja: nagifu-
kako ekiwebwayo ekyokunywa, nagifukako ama-
15 futa. Yakobo natuma ekifo Katonda mweyayo-
16 gerera naye erinya lyakyo Beseri. Nebava mu
Beseri nebatambula; bali babulako ekisera batuke
Eferasi: Lakeri nayagala okuzala, nalumwa nyo.
17 Awo olwatuka, bweyali alumwa nyo, omuzalisa
namugamba nti Totya; kubanga kakano onozala
18 omwana owobulenzi omulala. Awo olwatuka,
obulamu bwebwali nga bunatera okugenda [ku-
banga yafa], namutuma erinya Benoni: naye
19 kitawe namutuma Benyamini. Lakeri nafa, ne-
bamuzika mu kubo erigenda Eferasi [ye Besireke-
20 mu]. Yakobo nasimba empagi ku ntanaye: eyo
21 ye mpagi eyentana ya Lakeri ne lero. Isiraeri

natambula, natimba ewemaye ngaise ku kigo kya
Edera. Awo olwatuka, Isiraeri bweyali ngatude 22
munsi eyo, Leubeni nagenda nasula ne Bira omu-
zana wa kitawe: Isiraeri nakiwulirako.

Abana abasaja aba Yakobo bali kumi na babiri:
abana ba Lea; Leubeni, omuberyeberye wa 23
Yakobo, ne Simeoni, ne Levi, ne Yuda, ne Isakali,
ne Zebuluni: abana ba Lakeri; Yusufu, ne 24
Benyamini: nabana ba Bira, omuzana wa Lakeri; 25
Dani ne Nafutali: nabana ba Ziripa, omuzana wa 26
Lea; Gada ne Aseri: abo be bana abasaja aba
Yakobo, abamuzalirwa mu Padanalamu. Yakobo 27
naja eri Isaka kitawe mu Mamere, mu Kiriasialaba
[ye Keberoni], Ibulaimu ne Isaka mwebatula.
Nenaku za Isaka zali myaka kikumi mu kinana. 28
Isaka nata omuka, nafa, natwalibwa eri abantube, 29
ngakadiye, ngawezeza enaku nyingi: Esau ne
Yakobo abanabe nebamuzika.

36

Nokuzala kwa Esaŋ [ye Edomu] kwe kuno. 1
Esau yawasa ku bawala ba Kanani; Ada omuwala 2
wa Eroni Omukiti, ne Okolibama omuwala wa
Ana, omuwala wa Zibeoni Omukivi; ne Basemasi 3
omuwala wa Isimaeri, muganda wa Nebayosi.
Ada namuzalira Esau Erifazi; ne Basemasi nazala 4
Leweri; ne Okolibama nazala Yeusi, ne Yalamu, 5
ne Kola: abo be batabani ba Esau, abamuza-
lirwa munsi ya Kanani. Esau nadira bakazibe 6
ne batabanibe ne bawalabe, nabantu bona abali
mu nyumbaye, nebisibobye nensoloze zona, nebi-
ntubye byona, byeyakung'anyiza munsi ya Ka-
nani; nagenda munsi endala namuba wala mu-
gandawe Yakobo. Kubanga ebintu byabwe byali 7
bingi bwebiti nokuinza tebainza kutula wamu;
nensi gyebatulamu teyabainza olwebisibo byabwe.
Esau natula ku lusozi Seira: Esau ye Edomu. 8

9 Nokuzala kwa Esau jaja Wabedomu abali ku
10 lusozi Seira kwe kuno: batabani ba Esau amanya
gabwe gagano; Erifazi omwana wa Ada omu-
kazi wa Esau, Leweri omwana wa Basemasi
11 omukazi wa Esau. Nabana ba Erifazi abasaja
Temani, Omala, Zefo, ne Gatamu, ne Kenazi.
12 Ne Timina yali muzana wa Erifazi omwana wa
Esau; nazalira Erifazi Amaleka: abo be bana
13 ba Ada omukazi wa Esau. Nabana ba Leweri
babano; Nakasi, ne Zera, Sama, ne Miza: abo
14 be bali abana ba Basemasi omukazi wa Esau. Na-
bana ba Okolibama omwana wa Ana, omwana wa
Zibeoni, omukazi wa Esau: nazalira Esau Yeusi,
15 ne Yalamu, ne Kola. Abana ba Esau abalya
obwami babano: abana ba Erifazi omuberyeberye
wa Esau; omwami Temani, omwami Omala,
16 omwami Zefo, omwami Kenazi, omwami Kola,
omwami Gatamu, omwami Amaleka: abo be
bami abava mu Erifazi munsi ya Edomu; abo
17 be bana ba Ada. Nabana ba Leweri omwana
wa Esau babano; omwami Nakasi, omwami Zera,
omwami Sama, omwami Miza: abo be bami abava
mu Leweri munsi ya Edomu; abo be bana ba
18 Basemasi omukazi wa Esau. Nabana ba Okoli-
bama omukazi wa Esau babano; omwami Yeusi,
omwami Yalamu, omwami Kola: abo be bami
abava mu Okolibama omuwala wa Ana, mukazi
19 wa Esau. Abo be bana ba Esau, nabo be bami
babwe: oyo ye Edomu.
20 Abana aba Seira Omukoli, be batula munsi,
babano; Lotani ne Sobali ne Zibeoni ne Ana,
21 ne Disoni ne Ezera ne Disani: abo be bami
abava mu Bakoli, be bana ba Seira munsi ya
22 Edomu. Nabana ba Lotani be Koli ne Kemamu;
23 ne mwanyina wa Lotani ye Timina. Nabana ba
Sobali babano; Alavani ne Manakasi ne Ebali,
24 Sefo ne Onamu. Nabana ba Zibeoni babano;
Aya ne Ana: Ana yoyo eyalaba enzi'zi zama'zi

amabugumye mu lukola, bweyali alunda endogoi
za Zibeoni kitawe. Nabana ba Ana babano; 25
Disoni ne Okolibama omuwala wa Ana.
Nabana ba Disoni babano; Kemadani ne Ese- 26
bani ne Isirani ne Kerani. Abana ba Ezera ba- 27
bano; Birani ne Zaavani ne Akani. Abana ba 28
Disani babano; Uzi ne Alani. Abami abava mu 29
Bakoli babano; omwami Lotani, omwami Sobali,
omwami Zibeoni, omwami Ana, omwami Disoni, 30
omwami Ezera, omwami Disani: abo be bami
abava mu Bakoli, ngabami babwe bwebali munsi
ya Seira.
Ne bakabaka abafuga munsi ya Edomu, nga 31
tewanafuga kabaka yena abana ba Isiraeri, babano.
Bera omwana wa Beola nafuga mu Edomu; neki- 32
bugakye erinya lyakyo Dinaba. Bera nafa, Yo- 33
babu omwana wa Zera Owebozera nalya mu
kifokye. Yobabu nafa, Kusamu owensi Yaba- 34
temani nalya mu kifokye. Kusamu nafa, Kada- 35
da omwana wa Bedada, eyakuba Midiani mu
nimiro ya Moabu, nalya mu kifokye: nekibuga-
kye erinya lyakyo Avisi. Kadada nafa, Samala 36
Owemasereka nalya mu kifokye. Samala nafa, 37
Sauli Owerekobosi ekirirana Nomuga nalya mu
kifokye. Sauli nafa, Baalanani omwana wa Aka- 38
boli nalya mu kifokye. Baalanani omwana wa 39
Akaboli nafa, Kadala nalya mu kifokye: nekibu-
gakye erinya lyakyo Pau; nomukaziwe erinyalye
Meketaberi, omwana wa Matereda, omwana wa
Mezakabu. Namanya gabami abava mu Esau, 40
ngebika byabwe, nebifo byabwe, namanya gabwe
bwebiri, gagano; omwami Timina, omwami Alava,
omwami Yesesi; omwami Okolibama, omwami 41
Era, omwami Pinoni; omwami Kenazi, omwami 42
Temani, omwami Mibizala; omwami Magadieri, 43
omwami Iramu: abo be bami ba Edomu, nga
bwebatula munsi eyobutaka bwabwe. Oyo ye
Esau jaja Wabedomu.

37

1 YAKOBO nabera munsi kitawe mweyatula,
2 munsi ya Kanani. Okuzala kwa Yakobo kukuno. Yusufu bweyali yakamaze emyaka kumi na musanvu, yali alunda ekisibo awamu ne bagandabe; omulenzi naba wamu nabana ba Bira, nabana ba Ziripa, abakazi ba kitawe: Yusufu nabulira kita-
3 bwe ebigambo byabwe ebibi. Era Isiraeri yayagala Yusufu okusinga abanabe bona, kubanga gweyazala ngakadiye: namutungira ekizibawo
4 ekyamabala amangi. Bagandabe nebalaba nga kitabwe yamwagala okusinga bagandabe bona; nebamukyawa, nebatainza kwogera naye wabula
5 ebyokuyomba. Yusufu nalota ekiroto, nakibulira
6 bagandabe: nebeyongera nate okumukyawa. Nabagamba nti Mbegairide, muwulire ekiroto kino
7 kyendose: kubanga, laba, twali tusiba ebinywa mu nimiro, era, laba, ekinywa kyange nekiimirira, era nekyesimba; era, laba, ebinywa byamwe nebija nebikyetolola, nebivunamira ekinywa
8 kyange. Bagandabe nebamugamba nti Okufuga olitufuga gwe? oba kutwala olitutwala gwe? Nebeyongera nate okumukyawa olwebirotobye
9 nolwebigambobye. Nalota nate nekiroto ekirala, nakibulira bagandabe nayogera nti Laba, ndose nekiroto ekirala; era, laba, enjuba nomwezi nemu-
10 nyenye ekumi nemu nebinvunamira. Nakibulira kitawe ne bagandabe; kitawe namunenya, namugamba nti Kiroto ki kino kyolose? Nze ne nyoko ne bagandabo okuja tulija okukuvunamira
11 wansi? Bagandabe nebamukwatirwa obugya;
12 naye kitawe najukira ebyo byeyayogera. Bagandabe nebagenda okulunda ekisibo kya kitabwe
13 mu Sekemu. Isiraeri nagamba Yusufu nti Bagandabo tebalunda kisibo mu Sekemu? jangu nkutume gyebali. Namugamba nti Nze nzuno.
14 Namugamba nti Genda kakano olabe nga ba-

gandabo gyebali balungi, era nekisibo nga gyekiri
kirungi; okomewo ombulire. Awo namutuma
okuva mu kiwonvu Ekyekeberoni, natuka Ese-
kemu. Omusaja namulaba, era, laba, yali akya- 15
mide mu nsiko: omusaja namubuza nti Ononya
ki? Nayogera nti Nonya baganda bange: mbulira, 16
nkwegairide, gyebalundide (ekisibo). Omusaja 17
nayogera nti Bagenda: kubanga nabawulira nga
bogera nti Tugende Edosani. Yusufu nagoberera
bagandabe, nabasanga mu Dosani. Nebamule- 18
ngera ngakyali wala, nebamwekobana nga tana-
basemberera okumu'ta. Nebagambagana nti Laba, 19
sekalotera oyo aja. Kale no muje tumu'te, tumusule 20
mu kimu ku binya, tulyogera nti Ensolo enkambwe
ye yamulya: netulyoka tulaba ebirotobye bwe-
biriba. Leubeni nawulira ekyo, namuwonya mu 21
mukono gwabwe; nayogera nti Tuleme okumu-
'tira dala. Leubeni nabagamba nti Temuyiwa 22
musai; mumusule mu bunya buno obuli mu
lukola, naye temumusako mukono: alyoke amu-
wonye mu mukono gwabwe, okumudiza kitawe.
Awo olwatuka, Yusufu bweyatuka eri bagandabe, 23
nebamwambuza Yusufu ekizibawokye, ekizibawo
ekyamabala amangi kyeyali ayambade; nebamu- 24
twala nebamusula mu bunya: nobunya bwali
bukalu, ngama'zi temuli. Nebatula okulya emere: 25
nebaimusa amaso gabwe nebatunula, era, laba,
ekibina Kyabaisimaeri abava mu Gireada nga
batambula, nga balina engamira ezetise ebya-
kalosa nenvumbo ne moli, nga babitwala mu
Misiri. Yuda nagamba bagandabe nti Kiritugasa 26
kitya oku'ta muganda wafe nokukisa omusaigwe?
Kale tumuguze Abaisimaeri, so omukono gwafe 27
guleme okumubako; kubanga ye muganda wafe,
gwe mubiri gwafe. Bagandabe nebamuwulira.
Abamidiani, abobuguzi, nebaitawo; nebawalula 28
Yusufu nebamugya mu bunya, nebamuguza Abai-
simaeri Yusufu ebitundu byefeza amakumi abiri:

29 Nebatwala Yusufu mu Misiri. Leubeni nadayo
eri obunya; era, laba, Yusufu teyali mu bunya;
30 nayuzayuza engoyeze. Nadayo eri bagandabe,
nayogera nti Omwana taliyo; nange ndigenda
31 wa? Nebadira ekizibawo kya Yusufu, neba'ta
embuzi enume, nebanyika ekizibawo mu musai;
32 nebawereza ekizibawo ekyamabala amangi, neba-
kiretera kitabwe; nebogera nti Twalaba kino:
kakano tegera obanga kye kizibawo ekyomwanawo
33 nantiki sikyo. Nakitegera, nayogera nti Kye
kizibawo ekyomwana wange; ensolo embi yamulya;
Yusufu yatagulwatagulwa awatali kubusabusa.
34 Yakobo nayuzayuza engoyeze, neyesiba ebibukutu
mu kiwato, nakungubagira omwanawe enaku nyi-
35 ngi. Batabanibe bona ne bawalabe bona nebago-
lokoka okumusanyusa; naye nagana okusanyu-
sibwa; nayogera nti Kubanga ndi'ka emagombe
awali omwana wange nga nkyakaba. Kitawe
36 namulirira amaziga. Abamidiani nebamuguza
Potifala mu Misiri, ye mwami wa Falao, omukulu
wabambowa.

38

1 Awo olwatuka mu biro ebyo Yuda nava mu
bagandabe naserengeta, naingira mu nyumba
2 Eyomwadulamu, erinyalye Kira. Yuda nalabayo
omukazi omwana Womukanani erinyalye Suwa;
3 namutwala, naingira gyali. Naba olubuto, nazala
omwana owobulenzi; (Yuda) namutuma erinya
4 Era. Naba olubuto nate, nazala omwana owobu-
5 lenzi; namutuma erinya Onani. Era nate nazala
omwana owobulenzi, namutuma erinya Sera: ne
6 (Yuda) yali mu Kezibi, bweyamuzala. Yuda
namuwasiza Era omwanawe omuberyeberye omu-
7 kazi, erinyalye Tamala. Ne Era, omuberyeberye
wa Yuda, yali mubi mu maso ga Mukama; Mu-
8 kama namu'ta. Yuda namugamba Onani nti Ingira

eri omukazi wa mugandawo, omuwase nga bwekigwanira muganda wa bawe, odizewo mugandawo ezade. Onani nategera ngezade teririba lirye; 9
awo olwatuka bweyaingira eri omukazi wa mugandawe, nagafuka wansi, aleme okumuwa mugandawe ezade. Nekigambo kyeyakola kyali kibi 10
mu maso ga Mukama: noyo namu'ta. Yuda nalyo- 11
ka agamba Tamala mukamwanawe nti Berera awo munamwandu mu nyumba ya kitawo, okutusa Sera omwana wange lwalimala okukula: kubanga yayogera nti Noyo aleme okufa nga bagandabe. Tamala nagenda nabera mu nyumba ya kitawe. Ebiro 12
nebiitawo omuwala wa Suwa, omukazi wa Yuda, nafa; Yuda nayabya olumbe, nayambuka, ye ne mukwanogwe Kira Omwadulamu, Etimina eri basajabe abasala endiga ebyoya. Nebamubulira Ta- 13
mala nti Laba, sezalawo ayambuka Etimina okusala endigaze ebyoya. Nayambulamu ebyambalo ebyo- 14
bunamwandubwe, neyebika olugoye olwokumutwe, neyewumba, natula mu mulyango gwa Enaimu, ekiri ku kubo erigenda Etimina; kubanga yalaba nga Sera amaze okukula, nebatamumuwa okumuwasa. Yuda bweyamulaba, nalowoza nga mwenzi; 15
kubanga yali yebise mu maso. Nakyamira gyali 16
okuva mu kubo nayogera nti Kale no, nkwegairide, nyingire gyoli: kubanga teyamanya nga ye mukamwanawe. Nayogera nti Onompa ki bwonoingira gyendi? Nayogera nti Ndikuwereza 17
omwana wembuzi owomukisibo. Nayogera nti Onompa omusingo, okutusa lwolimuwereza. Nayo- 18
gera nti Musingo ki gwenakuwa? Nayogera nti Akaboneroko nakajegereko, nomugogwo oguli mu mukonogwo. Nabimuwa, naingira gyali, naye naba olubuto olulwe. Nagolokoka, neyegendera, 19
nayambulamu olwokubika ku mutwe, nayambala ebyambalo ebyobunamwandubwe. Yuda nawe- 20
reza omwana wembuzi mu mukono gwa mukwanogwe Omwadulamu, okuwebwa omusingo mu

21 mukono gwomukazi: naye natamulaba. Nalyoka
abuza abasaja abekifokye nti Omwenzi alirudawa
eyali Enaimu ku mabali gekubo? Nebogera nti
22 Tewabanga wano mwenzi. Nadayo eri Yuda,
nayogera nti Simulabye; era nabasaja abekifo
23 bogede nti Tewabanga wano mwenzi. Yuda
nayogera nti Agyetwalire, tuleme akukwatibwa
ensonyi: laba, nawereza omwana ono owembuzi,
24 nawe notomulaba. Awo olwatuka emyezi nge-
satu bwegyaitako nebamubulira Yuda nti Tamala
mukamwanawo yayenda; era nate, laba, ali
lubuto lwa bwenzi. Yuda nayogera nti Mumufu-
25 lumye, bamwokye. Bwebamufulumya, natumira
sezalawe, ngayogera nti Omusaja nanyini bino
ye yangira olubuto: nayogera nti Tegera, nkwe-
gairide, bino byani, akabonero nobujegere nomugo.
26 Yuda nabikiriza, nayogera nti Ansinze nze
okuba omutukirivu; kubanga samumuwa Sera
omwana wange. Natamumanya nate lwa kubiri.
27 Awo olwatuka entukoze bwezatuka okuzala, laba,
28 abalongo nebaba mu lubutolwe. Awo bweyali
anatera okuzala, omu nafulumya engaloze: omu-
zalisa nazikwata nasiba akagoye akamyufu ku
ngaloze, ngayogera nti Ono yasose okufuluma.
29 Awo olwatuka, bweya'zayo engalo, laba, muga-
ndawe nafuluma: nayogera nti Kiki ekikuwaguza
weka? erinyalye kyeryava litumibwa Perezi.
30 Oluvanyuma mugandawe nafuluma, eyalina aka-
goye akamyufu ku ngaloze: nerinyalye neri-
tumibwa Zera.

39

1 Yusufu nebamuserengesa mu Misiri; Potifala,
omwami wa Falao, omukulu wabambowa, Omumi-
siri, namugula mu mukono Gwabaisimaeri, aba-
2 muserengesa eyo. Mukama naba wamu ne Yusufu,
naba nomukisa; nabera mu nyumba ya mukamawe

Omumisiri. Mukamawe nalaba nga Mukama ali 3
naye, era nga Mukama amuwa buli kyeyakola oku-
ba nomukisa mu mukonogwe. Yusufu nalaba 4
ekisa mu masoge, namuwereza: namufula omulabi-
rizi wenyumbaye, nebyeyali nabyo byona nabite-
ka mu mukonogwe. Awo olwatuka bweyamala 5
okumufula omulabirizi mu nyumbaye, era owa
byona byeyalina, Mukama nalyoka agiwa enyumba
Eyomumisiri omukisa kubwa Yusufu: omukisa
gwa Mukama neguba ku byona byeyalina, ebyo-
munyumba nebyomunimiro. Naleka byona bye- 6
yalina mu mukono gwa Yusufu; natamanya
kintu ekyali naye wabula emere gyeyalyanga.
Era Yusufu yali mulungi, namasoge ga kusa-
nyusa. Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo, omu- 7
kazi wa mukamawe namutunulira Yusufu; nayo-
gera nti Sula nange. Naye nagana, nagamba 8
omukazi wa mukamawe nti Laba, mukama wange
tamanyi ebiri nange mu nyumba, era yateka
byona byalina mu mukono gwange; tewali 9
ansinga nze obukulu mu nyumba muno; so
teyasigaza kintu obutakimpa nze wabula gwe,
kubanga oli mukaziwe: kale nyinza ntya okwo-
nona, okwenkanide wano, nokusobya ku Katonda?
Awo olwatuka bweyayogera ne Yusufu buli lunaku, 10
natamuwuliranga, okusula naye, oba kubera naye.
Awo olwatuka mu biro ebyo naingira mu nyumba 11
okukola emirimugye; songa siwali basaja ba mu
nyumba muli munda. Namukwatako ekyamba- 12
lokye, ngayogera nti Sula nange: naleka ekya-
mbalokye mu mukonogwe, naduka, navayo. Awo 13
olwatuka, bweyalaba ngalese ekyambalokye mu
mukonogwe naduka navayo, nalyoka aita abasaja 14
abomunyumbaye, nabagamba nti Laba, yaingiza
Omweberaniya okutudulira; aingide gyendi oku-
sula nange, nenkowola nedobozi dene: awo olwa- 15
tuka, bwawulide nga nyimusa edobozi lyange
nenkowola, nalyoka aleka ekyambalokye gyendi

16 naduka navayo. Natereka ekyambalokye ewuwe,
17 okutusa mukamawe bweyakomawo eka. Namu-
gamba ngebigambo bino bwebiri nti Omudu
Omweberaniya gwewatuletera yaingira gyendi
18 okundulira: awo olwatuka, bwenaimusa edobozi
lyange nenkowola, nalyoka aleka ekyambalokye
19 gyendi, naduka navayo. Awo olwatuka, muka-
mawe bweyawulira ebigambo bya mukaziwe byeya-
mugamba nti Bwatyo omuduwo bweyankolera;
20 obusungubwe nebwaka. Mukama wa Yusufu
namutwala, namusa mu komera, ekifo abasibe ba
kabaka mwebasibirwa: nabera omwo mu komera.
21 Naye Mukama naba wamu ne Yusufu, namulaga
ebirungi, namuwa ekisa mu maso gomukumi
22 wekomera. Omukumi wekomera namuteresa
Yusufu omukonogwe abasibe bona abali mu
komera; ne byona byebakola eyo, oyo ye yabi-
23 kola. Omukumi wekomera teyatunulira kintu
ekyali wansi womukonogwe, kubanga Mukama
yali wamu naye; nebyo byeyakola, Mukama
nabiwa omukisa.

40

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo, omusenero
wa kabaka Wemisiri ne kawutawe nebanyiza muka-
2 ma wabwe kabaka Wemisiri. Falao nasunguwalira
abamibe bombi, omukulu wabasenero, nomukulu
3 wabafumbiro. Nabasiba mu nyumba eyomukulu
wabambowa, mu komera, mu kifo Yusufu mweya-
4 sibirwa. Omukulu wabambowa nabamuteresa Yu-
sufu, nabawereza: nebamalayo ekisera nga basi-
5 bibwa. Nebalota ekiroto bombi, buli muntu ekiro-
tokye mu kiro kimu, buli muntu ngamakulu gekiro-
tokye bwegali, omusenero ne kawuta wa kabaka
6 Wemisiri, abasibibwa mu komera. Yusufu naingira
gyebali enkya, nabalaba, era, laba, bali banaku wade.
7 Nabuza abami ba Falao abasibirwa awamu naye

mu nyumba ya mukamawe, ngayogera nti Kiki
ekinakuwaziza bwekityo amaso gamwe lero?
Nebamugamba nti Tulose ekiroto, so siwali ainza 8
okutegeza amakulu gakyo. Yusufu nabagamba
nti Okutegeza amakulu si kwa Katonda? kimbu-
lire, mbegairide. Omusenero omukulu nabulira 9
Yusufu ekirotokye, namugamba nti Mu kiroto
kyange, laba, omuzabibu gubade mu maso gange;
ne ku muzabibu kubadeko amatabi asatu: neguba 10
ngogwanya, negusansula ebimuli; nebirimba
byagwo nebibala ezabibu enyengevu: nendeku 11
ya Falao ebade mu mukono gwange; nenzirira
ezabibu, nenzikamulira mu ndeku ya Falao,
nempayo endeku mu mukono gwa Falao. Yusufu 12
namugamba nti Gano ge makulu gakyo: amatabi
asatu ze naku satu; walibawo nate enaku satu 13
Falao nalyoka agulumiza omutwegwo nakuko-
myawo mu bwamibwo: era onowangayo endeku mu
mukono gwa Falao, ngempisa bweyali eda bwe-
wali omusenerowe. Naye onjijukize nze bwoliraba 14
ebirungi, ondage nze ekisa, nkwegairide, onjogera-
ngako eri Falao, onziye mu nyumba muno:
kubanga amazima nanyagibwa munsi Eyabebe- 15
raniya: era ne kuno sikolanga kigambo ekyandi-
banteseza mu komera. Omufumbiro omukulu 16
bweyalaba ngamakulu malungi, nagamba Yusufu
nti Nange mbade mu kiroto kyange, era, laba,
ebibo ebisatu ebibademu emere enjeru nebiba
ku mutwe gwange: ne mu kibo ekya wagulu 17
mubademu engeri zona ezemere enjokye eza
Falao; enyonyi nezizirira mu kibo ku mutwe
gwange. Yusufu nadamu nayogera nti Gano ge 18
makulu gakyo: ebibo ebisatu ze naku satu;
walibawo nate enaku satu Falao nalyoka agulumiza 19
omutwegwo okuva kugwe, era alikuwanika ku
muti; nenyonyi zirirya enyamayo okugigya
kugwe. Awo olwatuka ku lunaku olwokusatu, 20
lwe lunaku Falao lweyazalibwako, nafumbira

abadube bona embaga; nagulumiza omutwe gwomusenero omukulu nomutwe gwomufumbiro omu-
21 kulu mu badube. Namukomyawo nate omusenero omukulu mu busenerobwe; nawangayo endeku
22 mu mukono gwa Falao: naye nawanika omufu-
23 mbiro omukulu: nga Yusufu bweyabategeza amakulu. Naye omusenero omukulu natajukira Yusufu, naye namwerabira.

41

1 Awo olwatuka emyaka ebiri emirambirira bwegyaitawo, Falao nalota: era, laba, yali aimiride ku
2 muga. Era, laba, nemuva mu muga ente musa-
3 nvu enungi eza sava; nezirira mu lusa. Era, laba, ente endala omusanvu nezizidirira neziva mu muga, embi enkovu; neziimirira ku mabali
4 gomuga awali ente endala. Nente embi enkovu nezirya ente omusanvu enungi eza sava. Awo
5 Falao nazukuka. Neyebaka nalota omulundi ogwokubiri: era, laba, ebirimba byeng'ano musanvu nebimera ku kiti kimu, ebigimu ebirungi.
6 Era, laba, ebirimba musanvu ebitono ebikaze nempewo ezebuvanjuba nebibidirira nebimera.
7 Ebirimba ebitono nebimira ebirimba omusanvu ebigimu ebinene. Falao nazukuka, era, laba, kibade
8 kiroto. Awo olwatuka enkya omwoyogwe negweralikirira: natuma naita abasawo bona abomu Misiri, nabagezigezi bona abamu: Falao nababulira ekirotokye; naye tewali ainza okutegeza Falao amakulu
9 gabyo. Omusenero omukulu nalyoka agamba Falao
10 nti Njijukide lero okwonona kwange: Falao yasunguwalira abadube, ñansibira mu nyumba eyomukulu wabambowa, nze nomufumbiro omukulu:
11 netulota ekiroto mu kiro kimu nze naye; twalota buli muntu ngamakulu gekirotokye bwegali.
Era yaliyo wamu nafe omulenzi, Omweberaniva,
21 omudu owomukulu wabambowa; netumubulira,

natutegeza amakulu gebiroto byafe; yategeza buli muntu ngekirotokye bwekyali. Awo olwa- 13
tuka, nga bweyatutegeza, nekiba bwekityo; nze yanziza mu bwami, noyo yamuwanika. Falao 14
nalyoka atuma naita Yusufu, nebamugya mangu mu komera: namwa, nawanyisa ebyambalobye, naingira eri Falao. Falao nagamba Yusufu nti 15
Nalota ekiroto, so siwali ainza okutegeza amakulu gakyo: era mpulide nga bogera kugwe ngoinza okutegeza amakulu gekiroto bwokiwulira. Yusufu 16
nadamu Falao, ngayogera nti Si munze: Katonda yanamuwa Falao okudamu okwemirembe. Falao 17
nagamba Yusufu nti Mu kiroto kyange, laba, nga nyimiride ku mabali gomuga: era, laba, nemuva 18
mu muga ente musanvu, eza sava enungi; nezirira mu lusa: era, laba, ente musanvu endala nezizi- 19
dirira nezirinya, enafu embi enyo enkovu, zesirabangako munsi yona Eyemisiri obubi: ente 20
enkovu embi nezirya ente omusanvu eza sava ezisose: awo bwezamala okuzirya nekitategerekeka 21
nga ziziride; naye nga zikyali mbi ngoluberyeberye. Awo nenzukuka. Nendabira mu kiroto 22
kyange, era, laba, ebirimba musanvu nebimera ku kiti kimu, ebinene ebirungi: era, laba, ebiri- 23
mba musanvu, ebiwotose, ebitono, ebikaze nempewo ezebuvanjuba, nebibidirira nebimera: ebi- 24
rimba ebitono nebimira ebirimba ebirungi omusanvu: nenkibulira abasawo; naye siwali ainza okukintegeza. Yusufu nagamba Falao nti Eki- 25
roto kya Falao kiri kimu: Katonda byagenda okukola, yabibulira Falao. Ente omusanvu enu- 26
ngi gye myaka musanvu; nebirimba omusanvu ebirungi gye myaka musanvu: ekiroto kiri kimu. Nente omusanvu enkovu embi ezazidi- 27
rira nezirinya gye myaka musanvu, era nebirimba omusanvu ebitalimu ebikaze nempewo ezebuvanjuba; egyo giriba myaka musanvu egyenjala. Ekyo kye kigambo kyembulide Falao: Katonda 28

29 byagenda okukola, yabiraga Falao. Laba, girija
emyaka musanvu egyekyengera ekingi munsi
30 yona Eyemisiri: oluvanyuma lwegyo giribawo
emyaka musanvu egyenjala; nekyengera kyona
kiryerabirwa munsi Eyemisiri; nenjala erizikiriza
31 ensi; nekyengera tekirimanyibwa munsi olwenjala
32 erikidirira; kubanga eriba nyingi nyo. Era
kubanga ekiroto kyayongererwa Falao emirundi
ebiri, kyekyava kyongerwa kubanga ekigambo
kinyuwezebwa Katonda, era Katonda alikitukiriza
33 mangu. Kale no kakano Falao anonye omusaja
omukabakaba owamagezi, amuwe okufuga ensi
34 Eyemisiri. Falao akole (bwatyo), era asewo abala-
birizi kunsi, atereke ekitundu ekyekumi ekyensi
Eyemisiri mu myaka omusanvu egyekyengera.
35 Era bakung'anye emere yona eyemyaka gino
emirungi egija, baterekere eng'ano mu bibuga mu
36 mukono gwa Falao, bagikume. Nemere eyo eriba
egwanika eryensi olwemyaka omusanvu egyenjala,
egiribawo munsi Eyemisiri; ensi ereme okufa
37 enjala. Nekigambo ekyo kyali kirungi mu maso ga
38 Falao, ne mu maso gabadube bona. Falao nagamba
abadube nti Tuliinza okulaba omusaja afanana ngo-
39 yo, omusaja omuli omwoyo gwa Katonda? Falao
nagamba Yusufu nti Kubanga Katonda akulaze
ebyo byona, tewali mukabakaba era owamagezi
40 nga gwe: gwolifuga enyumba yange, era nge-
kigambokyo bwekiri abantu bange bona balifugi-
bwa: naye kyoka mu ntebe yange nze ndikusinga
41 gweobukulu. Falaonagamba Yusufu nti Laba, nku-
42 wade okufuga ensi yona Eyemisiri. Falao neye-
nanula empetaye eyakabonero ku ngaloye, namu-
nanika Yusufu ku ngaloye, namwambaza ebya-
mbaloebya bafuta enungi, nateka akajegereaka zabu
43 mu bulagobwe. Namutambuliza mu gali eryoku-
biri lyeyalina; nebalangira mu masoge nti Mufu-
kamire: namuwa okufuga ensi yona Eyemisiri.
44 Falao nagamba Yusufu nti Nze ndi Falao, era awa-

tali nze tewali muntu aligolola omukonogwe newa-
kubade ekigerekye munsi yona Eyemisiri. Falao 45
natuma Yusufu erinya Zafenasipanea; namuwa
Asenasi omwana wa Potifera kabona Oweoni oku-
muwasa. Yusufu natambula nabuna ensi Eyemi-
siri. Era Yusufu yali yakamaze emyaka asatu 46
bweyaimirira mu maso ga Falao kabaka Wemisiri.
Yusufu nava eri Falao, natambula nabuna ensi
yona Eyemisiri. Ne mu myaka omusanvu egye- 47
kyengera ensi nebala (emere) embatu. Naku- 48
ng'anya emere yona eyemyaka omusanvu egya-
bawo munsi Eyemisiri, naterekera emere mu
bibuga: emere eyomunimiro ezali zetolode buli
kibuga, yagiterekeranga mwekyo. Yusufu na- 49
tereka eng'ano ngomusenyu ogwenyanja, nyingi
nyo, okutusa lweyaleka okubala; kubanga teya-
balikika. Abana babiri nebamuzalirwa Yusufu 50
omwaka ogwenjala nga tegunatuka, Asenasi
omwana wa Potifera kabona Oweoni beyamuza-
lira. Yusufu natuma omuberyeberye erinya 51
Manase: nti Kubanga Katonda anerabiziza oku-
tegana kwange nenyumba ya kitange yona.
Nowokubiri namutuma erinya Eferaimu: nti 52
Kubanga Katonda yanjaliza munsi eyokubona-
bona kwange. Emyaka omusanvu egyekyengera 53
egyabawo munsi Eyemisiri negigwako. Emyaka 54
omusanvu egyenjala negitanula okuja, nga Yu-
sufu bweyayogera: enjala negwa munsi zona;
naye munsi yona Eyemisiri emere nga mweri.
Era ensi yona Eyemisiri bweyalumwa enjala, 55
abantu nebamukabira Falao olwemere: Falao
nagamba Abamisiri bona nti Mugende eri Yu-
sufu; byanabagamba mukole bwemutyo. Enjala 56
nebuna ensi zona: Yusufu nagulawo amawanika
gona, naguza Abamisiri; enjala neba nyingi munsi
Eyemisiri. Nabensi zona nebajira Yusufu mu 57
Misiri okugula eng'ano; kubanga enjala yali
nyingi munsi zona.

42

1 Era Yakobo nalaba nga mu Misiri eng'ano
mweri, Yakobo nagamba abanabe nti Kiki ekiba-
2 tunulizaganya mweka na mweka? Nayogera nti
Laba, mpulide nga mu Misiri eng'ano mweri:
muserengete, mugendeyo, mutugulire eyo; tubere
3 abalamu, tuleme okufa. Ne baganda ba Yusufu
ekumi nebaserengeta okugula eng'ano mu Misiri.
4 Naye Benyamini, muganda wa Yusufu, Yakobo
natamutuma wamu ne bagandabe; kubanga yayo-
gera nti Mpozi akabi kaleme okumubako. Na-
5 bana ba Isiraeri nebaja okugula mwabo abaja:
6 kubanga enjala yali munsi ya Kanani. Era Yu-
sufu ye yali omukulu wensi; oyo ye yaguza
abantu bona abomunsi: baganda ba Yusufu neba-
7 ja, nebamuvunamira amaso wansi. Yusufu nalaba
bagandabe, nabekanya, naye neyefula nga muna-
gwanga gyebali, nayogera nabo ne bogo; nabaga-
mba nta Muva wa? Nebogera nti Munsi ya Kana-
8 ni okugula emere. Yusufu neyekanya bagandabe,
9 naye bo nebatamwekanya. Yusufu najukira
ebiroto byeyalota kubo, nabagamba nti Muli
10 bakesi; mu'ze okulaba ensi bweterimu. Neba-
mugamba nti Neda, mukama wange, naye abadu-
11 bo ba'ze okugula emere. Fena tuli bana bomu;
tuli ba mazima, abadubo si bakesi na katono.
12 Nabagamba nti Neda, naye mu'ze okulaba ensi
13 bweterimu. Nebogera nti Fe abadubo tuli ba
luganda kumi na babiri, abana bomu munsi ya
Kanani; era, laba, mwana wabofe ali wamu ne
14 kitafe lero, nomu taliwo. Yusufu nabagamba nti
15 Kye kikyo kyembagambye nti Muli bakesi: bwe-
mulikemebwa bwemuti: ndaide obulamu bwa
Falao, temugenda kuva wano, wabula omwana
16 wabomwe ngaze wano. Mutume munamwe omu,
akime muganda wamwe, namwe munasibibwa,

ebigambo byamwe bikemebwe, obanga amazima
mwegali mumwe: oba bwemutakole bwemutyo,
ndaide obulamu bwa Falao, mazima muli bakesi.
Nabateka bona wamu mu komera enaku satu. 17
Yusufu nabagamba ku lunaku olwokusatu nti 18
Mukole bwemuti, mubere abalamu; kubanga
ntya Katonda: obanga muli ba mazima, omu ku 19
baganda bamwe asibibwe mu nyumba eyekomera
lyamwe; naye mwe mugende, mutwale eng'ano
olwenjala eyomunyumba zamwe; era mundetere 20
omwana wabomwe; ebigambo byamwe bwebirite-
gezebwa nga bya mazima bwebityo, namwe temu-
lifa. Nebakola bwebatyo. Nebagambagana nti 21
Mazima tuliko omusango olwa muganda wafe,
kubanga twalaba ememeye bweyanakuwala, bwe-
yatwegairira, nafe netugana okuwulira; enaku
zino kyezivude zitutukako. Leubeni nabadamu 22
ngayogera nti Sababulira nti Temusobya ku
mwana; namwe nemugana okuwulira? era omu-
saigwe kyeguva gutuvunanyizibwa. Nebatamanya 23
nga Yusufu ategede ebigambo byabwe; kubanga
omutegeza yabanga wakatiwe nabo. Nabakuba 24
enkona, nakaba amaziga; nadayo gyebali, nayo-
gera nabo, nabagyamu Simeoni, namusiba mu
maso gabwe. Awo Yusufu nalagira okujuza ebi- 25
ntu byabwe eng'ano, nokumudiza buli muntu
efezaye mu nsawoye, nokubawa entanda eyomu-
kubo: nebabakolera bwebatyo. Nebateka eng'ano 26
yabwe ku ndogoi zabwe, nebagenda nebavayo.
Munabwe omu bweyasumulula ensawoye okulisa 27
endogoiye mu kifo kyebasulamu, nalaba efezaye;
era, laba, yali mu kamwa kensawoye. Nagamba 28
bagandabe nti Efeza yange enkomezebwawo; era,
laba, eri mu nsawo yange; omwoyo gwabwe
negubatyemuka, nebakyukiranga nga bakankana
nga bogera nti Kino kiki Katonda kyatukoze?
Nebajira Yakobo kitabwe munsi ya Kanani, ne- 29
bamubulira byona ebyababako; nga bogera nti

30 Omusaja, omukulu wensi, yayogera nafe ne bogo,
31 natulowoza nga bakesi bensi. Netumugamba nti
32 Tuli ba mazima; tetuli bakesi: tuli ba luganda kumi na babiri, abana ba kitafe; omu taliwo, nomwana wabofe ali wamu ne kitafe lero munsi
33 ya Kanani. Omusaja, omukulu wensi, natugamba nti Bwenti bwenditegera nga muli basaja ba mazima; muleke wamu nange omu ku baganda bamwe, mutwale (engano) olwenjala eyomunyu-
34 mba zamwe, mwegendere: mundetere omwana wabomwe: nendyoka ntegera nga temuli bakesi na katono, naye nga muli basaja ba mazima: bwentyo ndibawa muganda wamwe, namwe muli-
35 gula munsi. Awo olwatuka bwebagya ebintu mu nsawo zabwe, laba, omutwalo gwefeza ogwa buli muntu gwali mu nsawoye: bo ne kitabwe bweba-
36 laba emitwalo gyabwe egyefeza, nebatya. Yakobo kitabwe nabagamba nti Nze munziyeko abana bange: Yusufu taliwo, era ne Simeoni taliwo, era mwagala okunziyako ne Benyamini: ebyo
37 byona binzitowerera. Leubeni nagamba kitawe nti Oba'tanga batabani bange bombi, bwesirimukomyawo gyoli: mumpe mu mukono gwange,
38 nange ndimukomyawo gyoli nate. Nayogera nti Omwana wange taliserengeta namwe; kubanga mugandawe yafa, naye asigalawo yeka: akabi bwekalimubako mu kubo lyemuligenda, muliserengesa envi zange mu magombe olwokunakuwala.

43.

1,2 Enjala neba nyingi munsi. Awo olwatuka, bwebamala okulya eng'ano yona gyebagya mu Misiri, kitabwe nabagamba nti Mugende nate, mu-
3 tugulire akamere. Yuda namugamba nti Omusaja yatulairirira dala ngayogera nti Temuliraba maso gange, wabula muganda wamwe ngali wamu na-
4 mwe. Bwonosindika muganda wafe awamu nafe,
5 tunaserengeta tulikugulira emere: naye bwotomu-

sindike, tetugenda kuserengeta: kubanga omusaja yatugamba nti Temuliraba maso gange, wabula muganda wamwe ngali namwe. Isiraeri nayo- 6
gera nti Kiki ekyabankoza obubi obwenkanide awo okubulira omusaja nga mulina owoluganda omulala? Nebogera nti Omusaja yatubuza bubu- 7
za bwetwali ne baganda bafe bwebali, ngayogera nti Kitamwe akyali mulamu? mulina owoluganda (omulala)? netumubulira ngebigambo ebyo bwebiri: twandiinziza na katono okutegera nganagamba nti Muserengese muganda wamwe? Yuda 8
nagamba Isiraeri kitawe nti Sindika omulenzi awamu nange, nafe tunagolokoka netugenda; tube abalamu, tuleme okufa, fe, nawe, era nabana bafe abato. Nze nabera omuimawe; olimuvunana nze 9
mu mukono gwange: bwesirimuleta gyoli, nemuteka mu masogo, omusango gube kunze enaku zona: kuba singa tetulude, mazima kakano twa- 10
ndibade nga tukomyewo omulundi ogwokubiri. Kitabwe Isiraeri nabagamba nti Obanga kakano 11
kiri bwekityo, mukole bwemuti; mutwale ku bibala ebyomunsi ebisinga obulungi mu bintu byamwe, mutwalire omusaja ekirabo, envumbo si nyingi, nomubisi gwenjuki, omugavu nobubane, ebinywebwa nendozi: era mutwale efeza ebigero 12
bibiri mu ngalo zamwe; nefeza eyakomezebwawo mu kamwa kensawo zamwe gitwale nate mu ngalo zamwe; mpozi (bagiza) nga tebamanyiride: era 13
mutwale ne muganda wamwe, mugolokoke, mudeyo eri omusaja: era Katonda Omuinza webintu 14
byona abawe okusasirwa mu maso gomusaja, abasumululire muganda wamwe omulala ne Benyamini. Nange bwendifirwa abana bange, ndifirwa.

Abasaja nebatwala ekirabo ekyo, nebatwala efeza 15
ebigero bibiri mu ngalo zabwe, ne Benyamini; nebagolokoka, nebaserengeta mu Misiri, nebaimirira mu maso ga Yusufu. Yusufu bweyalaba Benya- 16

mini ngali wamu nabo nagamba omuwanika we-
nyumbaye nti Twala abasaja mu nyumba, obaba-
gire, oteketeke; kubanga abasaja banalira wamu
17 nange mu tuntu. Omusaja nakola nga Yusufu
bweyalagira; omusaja natwala abasaja mu nyumba
18 ya Yusufu. Abasaja nebatya, kubanga babalese
mu nyumba ya Yusufu; nebogera nti Olwefeza
eyakomezebwawo mu nsawo zafe oluberyeberye
kyebavude batuleta muno; atulabireko ensonga,
atuwamatukireko, atunyage okuba abadu, nendogoi
19 zafe. Nebasemberera omuwanika wenyumba ya
Yusufu, nebogerera naye ku mulyango gwenyu-
20 mba, nebagamba nti Ai mukama wange, mazima
21 twaserengeta oluberyeberye okugula emere: awo
olwatuka, bwetwatuka mu kifo ekyokusulamu,
netusumulula ensawo zafe, era, laba, efeza ya buli
muntu yali mu kamwa kensawoye, efeza yafe eki-
gero kyayo kitufu: era tugikomezawo mu ngalo
22 zafe. Era tulese nefeza endala mu ngalo zafe oku-
gula emere: tetumanyi bwali eyateka efeza yafe
23 mu nsawo zafe. Nayogera nti Emirembe gibe gye-
muli, temutya: Katonda wamwe, era Katonda wa
kitamwe, ye yabawa obugaga mu nsawo zamwe:
nawebwa efeza yamwe. Nabafulumiza Simeoni.
24 Omusaja natwala abasaja mu nyumba ya Yusufu,
nabawa ama'zi, nebanaba ebigere byabwe; naziwa
25 endogoi zabwe ebyokulya. Nebatekateka ekirabo
Yusufu ngaja kuja mu tuntu: kubanga bawulide
26 nga banalira eyo emere. Awo Yusufu bweyada
eka, nebamuletera mu nyumba ekirabo ekyali mu
27 ngalo zabwe, nebamuyunamira wansi. Nababuza
bwebali, nayogera nti Kitamwe gyali omukade
28 gwemwayogerako? Akyali mulamu? Nebogera
nti Omuduwo kitafe gyali, akyali mulamu. Neba-
29 kutama, nebavunama. Naimusa amasoge nalaba
Benyamini mugandawe, omwana wa nyina, nayo-
gera nti Oyo ye mwana wabomwe, gwemwang'a-
mbako? Nayogera nti Katonda akulage ekisa,

mwana wange. Yusufu nayanguwa; kubanga 30
ememeye yalumirwa mugandawe: nanonya wana-
kabira amaziga; naingira mu kisengekye, naka-
bira omwo. Nanaba amaso, nafuluma; nazibiki- 31
riza nayogera nti Mujule emere. Nebamusosoto- 32
lera ye yeka, nabo boka, Nabamisiri, abaliranga
awamu naye, nabo boka: kubanga Abamisiri
tebainza kulira mere wamu Nabeberaniya; ku-
banga ekyo kya muzizo eri Abamisiri. Nebatula 33
mu masoge, omuberyeberye ngobukulubwe bwe-
bwali, momuto ngobutobwe bwebwali: abasaja
nebewunya boka na boka. Nababegerako ebitole 34
(ku mere) eyali mu masoge: naye ekitole kya
Benyamini kyasinga ebyabwe byona emirundi
etano. Nebanywa, nebasanyukira wamu naye.

44

Nalagira omuwanika wenyumbaye, ngayogera 1
nti Juza ensawo ezabasaja emere, nga bwebainza
okwetika, era teka efeza eya buli muntu mu ka-
mwa kensawoye. Era teka endeku yange, endeku 2
eya feza, mu kamwa kensawo eyomuto, nefezaye
eyeng'ano. Nakola ngekigambo bwekibade Yu-
sufu kyayogede. Awo bwebwakya enkya, abasaja 3
nebasibulwa, bo nendogoi zabwe. Bwebamala 4
okuva mu kibuga, nga bakyali kumpimpi, Yusufu
nagamba omuwanikawe nti Golokoka, ogoberere
abasaja; bwonobatukako, bagambe nti Kiki eki-
bawalanyiza ebibi olwobulungi? Kino sikye ki- 5
kyo mukama wange kyanywesa, era nokulagula
kyalaguza? mwakoze bubi bwemwakoze bwemu-
tyo. Nabatukako, nabagamba ebigambo ebyo. 6
Nebamugamba nti Kiki ekyogezeza mukama wa- 7
nge ebigambo ebiri ng'anga ebyo? Kitalo abadu-
bo okukola ekigambo ekyenkanide awo. Laba, 8
efeza gyetwalaba mu bumwa bwensawo zafe, twagi-
za gyoli okuva munsi ya Kanani: kale twandi-

bye tutya efeza oba zabu mu nyumba ya mukama-
9 wo? Buli analabika ku badubo ngali nakyo, afe,
10 era nafe tunaba abadu ba mukama wange. Nayo-
gera nti Kale no kakano kibe ngebigambo bya-
mwe bwebiri: analabika ngali nakyo yanaba omu-
11 du wange; namwe temubeko musango. Awo
nebanguwa, nebetikula buli muntu ensawoye
12 wansi, buli muntu nasumulula ensawoye. Nano-
nya, ngasokera ku muberyeberye, namalira ku
muto: endeku nerabikira mu nsawo ya Benyamini.
13 Nebalyoka bayuza engoye zabwe, nebateka ebintu
buli muntu ku ndogoiye, nebadayo mu kibuga.
14 Yuda ne bagandabe nebatuka mu nyumba ya Yu-
sufu; nebamusanga akyaliyo: nebavunama mu
15 masoge wansi. Yusufu nabagamba nti Kikolwa ki
kino kyemukoze? temumanyi nti omusaja eye-
nkana nange obukulu ainza okulagulira dala?
16 Yuda nayogera nti Tunamugamba tutya mukama
wange? tunayogera tutya? oba tunawoza tutya?
Katonda akebede obutali butukirivu bwabadubo:
laba, tuli badu ba mukama wange, fe era noyo
17 alabise ngalina endeku mu mukonogwe. Nayo-
gera nti Kitalo nkole bwentyo: omusaja alabise
ngalina endeku mu mukonogwe yanaba omudu
wange; naye mwe, mwambuke mugende eri kita-
mwe nemirembe.
18 Yuda nalyoka amusemberera nayogera nti Ai
mukama wange, nkwegairide, omuduwo ayogere
ekigambo mu matu ga mukama wange, so
obusungubwo buleme okwakira omuduwo: ku-
19 banga oli ng'anga Falao dala. Mukama wange
yabuza abadube ngayogera nti Mulina kitamwe,
20 oba muganda wamwe? Nafe netugamba mu-
kama wange nti Tulina kitafe, mukade, nomwana
gweyazala ngakadiye, omwana omuto; ne mu-
gandawe yafa, naye asigadewo yeka ku (bana ba)
21 nyina, era kitawe amwagala. Nawe nogamba
abadubo nti Mumundetere, mukubeko amaso.

Netugamba mukama wange nti Omulenzi tainza 22
kuleka kitawe: kuba bwalireka kitawe, kitawe
alifa. Nogamba abadubo nti Mwana wabomwe 23
bwataliserengeta namwe, temuliraba nate maso
gange. Awo olwatuka bwetwayambuka netuja eri 24
omuduwo kitange, netumubulira ebigambo bya mu-
kama wange. Kitafe nayogera nti Mudeyo nate, 25
mutugulire akamere. Nafe netwogera nti Tetu- 26
inza kuserengeta: omwana wabofe bwanabera
awamu nafe, tuliserengeta: kubanga tetuinza
kulaba maso ga musaja, omwana wabofe wabula
ngali wamu nafe. Omuduwo kitange natugamba 27
nti Mumanyi nti mukazi wange yanzalira abana
abobulenzi babiri: omu nava gyendi, nenjogera 28
nti Mazima yatagulwatagulwa; nange sikyamu-
labangako: era bwemunanziyako noyo, akabi ne- 29
kamubako, muliserengesa envi zange mu ma-
gombe olwokunakuwala. Kale kakano bwendija 30
eri omuduwo kitange, nomulenzi nga tali wamu
nafe; kubanga obulamubwe busibidwa nobulamu
bwomulenzi; olulituka bwaliraba ngomulenzi ta- 31
liwo, alifa: nabadubo baliserengesa envi zomu-
duwo kitabwe mu magombe olwokunakuwala.
Kubanga omuduwo ye yeimirira omulenzi eri ki- 32
tange nga njogera nti Bwesirimuleta gyoli, nze
ndiba nomusango eri kitange enaku zona. Kale 33
no, nkwegairide, omuduwo abere (wano) mu kifo
kyomulenzi okuba omudu wa mukama wange;
nomulenzi ayambukire wamu ne bagandabe. Ku- 34
banga ndyambuka ntya eri kitange, nomulenzi nga
tali wamu nange? neme okulaba akabi akalituka
ku kitange.

45

Awo Yusufu nalemwa okuzibikiriza mu maso 1
gabo bono abaimiride okumpi naye; nayogerera

wagulu nti Mufulumye buli muntu bave gyendi. Newataba muntu aimiride naye, Yusufu bweye-
2 tondera bagandabe. Nakaba nedobozi dene: Abamisiri nebawulira, nenyumba ya Falao newu-
3 lira. Yusufu nagamba bagandabe nti Nze Yusufu; kitange akyali mulamu? Bagandabe nebatainza kumudamu; kubanga beralikirira mu masoge.
4 Yusufu nagamba bagandabe nti Munsemberere, mbegairide. Nebasembera. Nayogera nti Nze Yusufu muganda wamwe, gwemwatunda Emisiri.
5 Ne kakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno: kubanga Katonda
6 ye yankulembeza mwe okuwonya mu kufa. Enjala yakamaze munsi emyaka ebiri: era ekyasigadeyo emyaka etano, gyebatagenda kulimiramu newa-
7 kubade okukungula. Era Katonda ye yankulembeza mwe okubawonyeza abalisigala kumwe munsi, nokubalokola muleme okufa mu kuwonya
8 okwekitalo. Kale no si mwe mwansindika muno, wabula Katonda: era yanfula kitawe wa Falao, era omwami wenyumbaye yona, era omukulu
9 afuga ensi yona Eyemisiri. Mwanguwe, mwambuke mugende eri kitange, mumugambe nti Omwanawo Yusufu bwayogera bwati nti Katonda yanfula omwami Wemisiri yona: oserengete oje
10 gyendi, tolwawo: era olitula munsi Eyegoseni, nawe olibera kumpi nange, gwe nabanabo, nabana
11 babanabo, nendigazo nentezo, ne byona byolina: era nakulisizanga eyo; kubanga ekyasigadeyo emyaka etano egyenjala; oleme okwavuwala, gwe nenyu-
12 mbayo ne byona byolina. Era, laba, amaso gamwe galaba, era namaso ga muganda wange Benya-
13 mini, ngakamwa kange ke kogera namwe. Era mulibulira kitange ekitibwa kyange kyona mu Misiri bwekiri, ne byona byemulabye; era mwanguwe muserengese kitange mumulete wano.
14 Namugwa mu bulago mugandawe Benyamini, nakaba amaziga; Benyamini nakabira mu bula-

gobwe. Nanywegera bagandabe bona, nakabira 15
kubo: oluvanyuma bagandabe nebanyumya naye.
Nebigambo ebyo nebiwulirwa mu nyumba ya 16
Falao, nti Baganda ba Yusufu baze: nebisanyusa
nyo Falao nabadube. Falao nagamba Yusufu nti 17
Bagambe bagandabo nti Mukole bwemuti; muteke
ebintu ku nsolo zamwe, mugende muserengete
munsi ya Kanani; mutwale kitamwe nenyumba 18
zamwe, muje ewange: nange ndibawa ebirungi
ebyomunsi Yemisiri, era munalyanga obugimu
obwensi. Kakano olagidwa, mukole bwemuti: 19
mutwalire abana bamwe abato nabakazi bamwe
amagali munsi Yemisiri, mulete kitamwe muje.
Era temulowoza bintu byamwe; kubanga ebirungi 20
ebyomunsi Yemisiri byamwe. Abana ba Isiraeri 21
nebakola bwebatyo: Yusufu nabawa amagali, nga
Falao bweyalagira, nabawa nentanda eyomukubo.
Bona nabawa buli muntu ebyambalo ebyokuwanyi- 22
sa; naye nawa Benyamini ebitundu ebyefeza ebiku-
mi bisatu, nebyambalo ebyokuwanyisa engeri tano.
Ne kitawe namuwereza bwati; endogoi kumi eze- 23
tise ebirungi ebyomu Misiri, nendogoi enkazi kumi
ezetise eng'ano nemere nebyokulya kitawe byali-
rira mu kubo. Bwatyo nasibula bagandabe neba- 24
genda: nabagamba nti Mwekume muleme okuyo-
mbera mu kubo. Nebayambuka nebava mu Mi- 25
siri, nebaja munsi ya Kanani eri Yakobo kitabwe.
Nebamugamba nti Yusufu akyali mulamu, era ye 26
mukulu afuga ensi yona Eyemisiri. Omutimagwe
neguzirika, kubanga teyabakiriza. Nebamugamba 27
ebigambo byona ebya Yusufu, byeyababulira: awo
bweyalaba amagali Yusufu geyawereza okumusi-
tula, omwoyo gwa Yakobo kitabwe negudamu ama-
nyi: Isiraeri nayogera nti Kinamala; Yusufu 28
omwana wange akyali mulamu: ndigenda okumu-
laba nga sinafa.

46

1 Isiraeri natambula ngatwala byona byeyalina,
naja Ebeeriseba, nawayo esadaka eri Katonda wa
2 kitawe Isaka. Katonda nayogera ne Isiraeri mu
3 kwolesebwa okwekiro, nti Yakobo, Yakobo. Na-
yogera nti Nze nzuno. Nayogera nti Nze Katonda,
Katonda wa kitawo: totya kuserengeta mu Misiri;
4 kubanga ndikufulira eyo egwanga edene: ndise-
rengeta nawe mu Misiri; era siriirema kukugyamu
nate: era Yusufu aliteka engaloze ku masogo.
5 Yakobo nagolokoka nava mu Beeriseba: abana
ba Isiraeri nebasitula Yakobo kitabwe, nabana
babwe abato nabakazi babwe, mu magali Falao
6 geyawereza okumusitula. Nebatwala ensolo za-
bwe nebintu byabwe byebafuna munsi ya Kanani,
nebaja mu Misiri, Yakobo nezaderye lyona awa-
7 mu naye: batabanibe nabana ba batabanibe wamu
naye, bawalabe nabawala ba batabanibe, nezaderye
lyona beyatwala naye bweyagenda mu Misiri.
8 Namanya gabana ba Isiraeri, abaja mu Misiri,
Yakobo ne batabanibe, ge gano: Leubeni, omube-
9 ryeberye wa Yakobo. Nabana ba Leubeni abasa-
ja; Kanoka, ne Palu, ne Kezeroni, ne Kalami.
10 Nabana ba Simeoni abasaja; Yemueri, ne Yami-
ni, ne Okada, ne Yakini, ne Zokala, ne Sauli
11 omwana womukazi Omukanani. Nabana ba Levi
12 abasaja; Geresoni, Kokasi, ne Merali. Nabana
ba Yuda abasaja; Era, ne Onani, ne Sera, ne Pe-
rezi, ne Zera: naye Era ne Onani bafira munsi
ya Kanani. Nabana ba Perezi abasaja bali Keze-
13 roni ne Kamuli. Nabana ba Isakali abasaja;
14 Tola, ne Puva, ne Yobu, ne Simironi. Nabana
ba Zebuluni abasaja; Sereda, ne Eroni, ne Yale-
15 eri. Abo be bana ba Lea abasaja, beyazalira Ya-
kobo mu Padanalamu, awamu nomuwalawe Dina:
abanabe bona abasaja nabakazi bali obulamu asa-

tu mu busatu. Nabana ba Gada abasaja; Zifioni, 16
ne Kagi, Suni, ne Ezeboni, Eri, ne Alodi, ne Aleri. Nabana ba Aseri abasaja; Imina, ne Isiva, 17
ne Isivi, ne Beriya, ne Sera mwanyinabwe: nabana ba Beriya abasaja; Kebera, ne Malakieri. Abo 18
be bana ba Ziripa abasaja, Labani gweyawa Lea omwanawe, era abo beyazalira Yakobo, bwe bulamu ekumi nomukaga. Abana abasaja aba Lakeri 19
omukazi wa Yakobo; Yusufu ne Benyamini. Era Yusufu nazalirwa munsi Yemisiri Manase ne 20
Eferaimu, Asenasi omwana wa Potifera kabona Oweoni beyamuzalira. Nabana ba Benyamini 21
abasaja; Bera, ne Bekera, ne Asiberi, ne Gera, ne Naamani, Eki, ne Losi, Mupimu, ne Kupimu, ne Alada. Abo be bana ba Lakeri abasaja, abaza- 22
lirwa Yakobo: obulamu bwona bwali kumi na buna. Nabana ba Dani abasaja; Kusimu. Na- 23
bana ba Nafutali abasaja; Yazeeri, ne Guni, ne 24
Yezera, ne Siremu. Abo be bana ba Bira abasaja, 25
Labani gweyawa Lakeri omwanawe, era abo beyazalira Yakobo: obulamu bwona bwali musanvu. Obulamu bwona obwaingira mu Misiri awamu ne 26
Yakobo, obwava mu ntumbweze, obutasako bakazi babana ba Yakobo, obulamu bwona bwali nkaga mu mukaga; nabana ba Yusufu abasaja, 27
abamuzalirwa mu Misiri, bali bulamu bubiri: obulamu bwona obwenyumba ya Yakobo, obwaingira mu Misiri, bwali nsanvu.

Natuma Yuda okumukulembera eri Yusufu, 28
okulaga ekubo mu masoge erigenda mu Goseni; nebatuka munsi Yegoseni. Yusufu natekateka 29
egalirye, nayambuka okusisinkana Isiraeri kitawe, mu Goseni; neyeraga gyali, namugwa mu bulago, nakaba amaziga mu bulagobwe ekisera ekinene. Isiraeri nagamba Yusufu nti Kakano kanfe, ku- 30
banga ndabye amasogo, ngokyali mulamu. Yu- 31
sufu nagamba bagandabe nenyumba ya kitawe nti Nayambuka nembulira Falao nemugamba nti

Baganda bange nenyumba ya kitange, abali munsi
32 ya Kanani, baze ewange; era abasaja be basumba, kubanga balundanga ente; era balese endiga
33 zabwe nente zabwe ne byona byebalina. Awo olulituka Falao bwalibaita bwalyogera nti Emirimu
34 gyamwe ki? mwogeranga nti Abadubo balundanga ente okuva mu buto bwafe okutusa lero, fe era ne bajaja bafe: mulyoke mutule munsi Yegoseni; kubanga buli musumba kya muzizo eri Abamisiri.

47

1 Yusufu nalyoka aingira nabulira Falao nayogera nti Kitange ne baganda bange, endiga zabwe nente zabwe ne byona byebalina, batuse bavude munsi ya Kanani; era, laba, bali munsi
2 Yegoseni. Nalonda ku bagandabe abasaja batano,
3 nabaletera Falao. Falao nagamba bagandabe nti Emirimu gyamwe ki? Nebagamba Falao nti
4 Abadubo basumba, fe era ne bajaja bafe. Nebagamba Falao nti Tuze okutula munsi; kubanga tewali mudo gwa bisibo bya badubo; kubanga enjala nyingi munsi ya Kanani: kale no kakano, tukwegairide, abadubo batule munsi Yegoseni.
5 Falao nagamba Yusufu nti Kitawo ne bagandabo
6 baze ewuwo: ensi Yemisiri eri mu masogo; awasinga obulungi munsi tuza awo kitawo ne bagandabo; batule munsi Yegoseni: era obanga omanyi kubo abamagezi, kale bafule abakulu bente zange.
7 Yusufu naingiza Yakobo kitawe, namuteka mu maso ga Falao: Yakobo nasabira Falao omukisa.
8 Falao nagamba Yakobo nti Enaku ezemyaka egyo-
9 bulamubwo ziri meka? Yakobo nagamba Falao nti Enaku ezemyaka egyokutambula kwange ziri myaka kikumi mwasatu: enaku ezemyaka egyobulamu bwange ziri ntono era mbi, so teziwera naku za myaka gya bulamu bwa bajaja bange mu naku

ezokutambula kwabwe. Yakobo nasabira Falao 10
omukisa, nava mu maso ga Falao. Yusufu natuza 11
kitawe ne bagandabe, nabawa obutaka munsi Ye-
misiri, awasinga obulungi munsi, munsi ya La-
mesesi, nga Falao bweyalagira. Yusufu nalisa 12
kitawe ne bagandabe nekika kyona ekya kitawe
nemere, ngenyumba zabwe bwezali.

Newataba mere munsi yona; kubanga enjala 13
yali nyingi nyo, ensi Yemisiri nensi ya Kanani
nokuzirika nezizirika olwenjala. Yusufu naku- 14
ng'anya efeza yona eyalabikira munsi Yemisiri ne
munsi ya Kanani, ngabaguza eng'ano: Yusufu
naleta efeza mu nyumba ya Falao. Efeza yona 15
bweyagwa munsi Yemisiri ne munsi ya Kanani,
Abamisiri bona nebajira Yusufu nebogera nti
Tuwe emere: kubanga kyetunava tufa mu masogo
kiki? kubanga efeza etubuze. Yusufu nayogera 16
nti Muweyo ensolo zamwe; nange nabaweranga
ensolo zamwe, efeza bweribabula. Nebaletera 17
Yusufu ensolo zabwe: Yusufu nabawanyisa emere
nembalasi nendiga nente nendogoi: nabalisiza
emere omwaka ogwo ngabawanyisiza ensolo za-
bwe zona. Omwaka ogwo bwegwagwako, neba- 18
mujira mu mwaka ogwokubiri, nebamugamba nti
Tetukise mukama wange ngefeza yafe yona ya-
gwawo; nebisibo byensolo bya mukama wange:
tewali ekisigadewo mu maso ga mukama wange,
wabula emibiri gyafe nebyalo byafe: kyetunava 19
tufa mu masogo kiki, fe nensi yafe era? tugule fe
nensi yafe nemere, nafe nensi yafe tuliba badu ba
Falao: tuwe ensigo, tube abalamu tuleme okufa,
ensi ereme okuzika. Awo Yusufu nagulira Falao 20
ensi yona Eyemisiri; kubanga Abamisiri batunda
buli muntu enimiroye, kubanga enjala yabaingiri-
ra: ensi nefuka ya Falao. Nabantu nabajulula 21
nabasa mu bibuga okuva ku nsalo Yemisiri weko-
ma okutusa ku nkomerero yayo endala. Ensi ya 22
bakabona yoka gyatagula: kubanga bakabona

bali balina omugabo gwabwe gwebawebwa Falao, nebalya omugabo gwabwe Falao gweyabawa; kye-
23 bava balema okutunda ensi yabwe. Yusufu na-
lyoka agamba abantu nti Laba, ngulide lero Falao mwe nensi yamwe: laba, ensigo zamwe zizino,
24 munasiga ensi. Era olulituka bwemunakungula-
nga, munamuwanga Falao ekitundu ekyokutano, nebitundu ebina bye binabanga ebyamwe, okuba ebyokusiga enimiro nokuba emere yamwe era ya-
bomunyumba zamwe nokuba emere eyabana ba-
25 mwe abato. Nebogera nti Otuwonyeza mu kufa:
tulabe ekisa mu maso ga mukama wange, era tu-
26 liba badu ba Falao. Yusufu nateka eteka eryo
eryensi Yemisiri ne lero, Falao okuwebwanga ekitundu ekyokutano; naye ensi ya bakabona yoka
27 yetafuka ya Falao. Isiraeri natula munsi Yemi-
siri, munsi Yegoseni; nebafunira omwo ebintu, nebala, nebeyongera nyo.
28 Yakobo namala emyaka kumi na musanvu mu-
nsi Yemisiri: bwezityo enaku za Yakobo, emyaka egyobulamubwe, zali myaka kikumi mwana mu
29 musanvu. Ebiro nebitera okutuka Isiraeri bya-
genda okufiramu: naita omwanawe Yusufu, na-
mugamba nti Obanga kakano ndabye ekisa mu masogo, nkwegairide, teka omukonogwo wansi wekisambi kyange, onkolere ebyekisa nebyamazi-
30 ma; tonzikanga, nkwegairide, mu Misiri: naye
bwendyebakira awamu ne bajaja bange, onsitule onziye mu Misiri, onzike mu kifo kyabwe ekyo-
kuzikangamu. Nayogera nti Ndikola nga bwo-
31 yogede. Nayogera nti Ndairira: namulairira. Isiraeri navunama emutwetwe.

48

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo nebagamba Yusufu nti Laba, kitawo alwade: natwala naye abanabe abasaja bombi, Manase ne Eferaimu.

Nebamugamba Yakobo nti Laba, omwanawo Yu- 2
sufu aja gyoli: Isiraeri neyekakabiriza, natula ku
kitanda. Yakobo nagamba Yusufu nti Katonda 3
Omuinza webintu byona yandabikira Eruzi munsi
ya Kanani, nampa omukisa, nang'amba nti Laba, 4
ndikwaza, ndikwongera, era ndikufula ekibina kya-
mawanga; era ndiwa ezaderyo eriridawo ensi eno
okuba obutaka obwemirembe nemirembe. Ne ka- 5
kano abanabo abasaja bombi, abakuzalirwa munsi
Yemisiri nga sinakujira mu Misiri, bange; Efe-
raimu ne Manase baliba bange, nga Leubeni ne
Simeoni. Nezaderyo, lyolizala oluvanyuma lwa- 6
bo, liriba liryo: balitumibwa erinya lya baganda
babwe mu busika bwabwe. Nange, bwenava mu 7
Padani, Lakeri nanfako munsi ya Kanani mu ku-
bo, nga wakyaliyo banga deneko okutuka ku Efe-
rasi: nemuzika eyo mu kubo erigenda Eferasi [ye
Besirekemu]. Isiraeri nalaba abana ba Yusufu, 8
nayogera nti Bano bani? Yusufu nagamba kita- 9
we nti Be bana bange Katonda beyampera wano.
Nayogera nti Balete, nkwegairide, nange nabasa-
bira omukisa. Era amaso ga Isiraeri gali gazibye 10
olwobukade, nokuinza teyainza kulaba. Nabamu-
sembereza; nabanywegera nabawambatira. Isira- 11
eri nagamba Yusufu nti Nali sirowoza kulaba ma-
sogo: era, laba, Katonda andabisiza nezaderyo.
Yusufu nabagya mu mavivige wakati; navunama 12
amasoge wansi. Yusufu nabakwata bombi, Efe- 13
raimu nomukonogwe ogwadyo awali omukono
ogwa kono ogwa Isiraeri, ne Manase nomukono-
gwe ogwa kono awali omukono ogwadyo ogwa
Isiraeri, nabasembeza gyali. Isiraeri nagolola 14
omukonogwe ogwadyo, nagusa ku mutwe gwa
Eferaimu, ye muto, nomukonogwe ogwa kono
ku mutwe gwa Manase, ngatereza emikonogye
ngamanyi; kubanga Manase ye yali omuberye-
berye. Nasabira Yusufu omukisa nayogera nti 15
Katonda wa bajaja bange Ibulaimu ne Isaka gwe-

batambulira mu masoge, Katonda eyandisanga
16 enaku zange zona okutusa lero, malaika eyanunula mu bubi bwona, abawe omukisa abalenzi; nerinya lyange litumibwenga kubo, nerinya lya bajaja bange Ibulaimu ne Isaka; era bafuke ekibina
17 ekinene wakati munsi. Yusufu bweyalaba nga kitawe asiza omukonogwe ogwadyo ku mutwe gwa Eferaimu, nanyiga: nasitula omukono gwa kitawe okugugya ku mutwe gwa Eferaimu okugu-
18 sa ku mutwe gwa Manase. Yusufu nagamba kitawe nti Neda, kitange: kubanga oyo ye muberyeberye; sa omukonogwo ogwadyo ku mutwe-
19 gwe. Kitawe nagana nayogera nti Manyi, mwana wange, manyi: era naye alifuka gwanga, era naye aliba mukulu: naye omwana wabo yalimusinga
20 obukulu, nezaderye liriba mawanga mangi. Nabasabira omukisa ku lunaku olwo, ngayogera nti Mugwe Isiraeri anasabanga omukisa, ngayogera nti Katonda akufule nga Eferaimu ne Manase:
21 Eferaimu namusosa Manase. Isiraeri nagamba Yusufu nti Laba, nfa: naye Katonda aliba wamu namwe, alibaza nate munsi ya bajaja bamwe.
22 Era nkuwade gwe omugabo gumu okusinga bagandabo, gwenagya mu mukono Gwomwamoli nekitala kyange nomutego gwange.

49

1 Yakobo naita abanabe abasaja, nayogera nti Mukung'ane ndyoke mbabulire ebiribabako mu naku ezenkomerero.

2 Mukung'ane, muwulire, mwe abana ba Yakobo;
Muwulire Isiraeri kitamwe.

3 Leubeni, gwoli muberyeberye wange, buinza bwange, era amanyi gange mwegasokera;

4 Ekitibwa ekisinga, nobuinza obusinga.
Omulebevu ngama'zi tolisinga;

Kubanga walinya ku kitanda kya kitawo:
Nokigwagwawaza: yalinya ku kiriri kya-
nge.
Simeoni ne Levi ba luganda; 5
Ebitala byabwe bya kulwanyisa bya manyi.
Gwe ememe yange, tojanga mu lukiko 6
lwabwe;
Gwe ekitibwa kyange, tewegatanga nekibina
kyabwe;
Kubanga olwobusungu bwabwe ba'ta omu-
saja,
Nolwedalu lyabwe batema ente olunywa.
Obusungu bwabwe bukolimirwe, kubanga 7
bungi;
Nobukambwe bwabwe, kubanga bwa tima:
Ndibawula mu Yakobo,
Ndibasasanya mu Isiraeri.
Yuda, gwe bagandabo balikutendereza: 8
Omukonogwo gunabanga ku bulago bwa-
balabebo;
Abana ba kitawo balikutama mu masogo.
Yuda ye mwana wempologoma; 9
Olinye mwana wange, ngovude ku muigo:
Yakutama, yabwama ngempologoma,
Era ngempologoma enkazi; ani anamubusa?
Efumu lya kabaka teririva ku Yuda, 10
Newakubade omugo gwoyo afuga teguliva
wakati mu bigerebye,
Okutusa Siro lwalija;
Noyo abantu gwebanawuliranga.
Ngasiba omwana wensoloye ku muzabibu, 11
Nomwana wendogoiye ku muzabibu ogusinga
obulungi;
Yayoza ebyambalobye nomwenge,
Nengoyeze nomusai gwezabibu:
Amasoge galimyuka nomwenge, 12
Namanyoge galitukula namata.
Zebuluni alitula ku tale lyenyanja: 13

Aliba omwalo ogwamato;
Nensaloye eriba ku Sidoni.
14 Isakali ye ndogi erina amanyi,
Egalamira awali ebisibo byendiga:
15 Nalaba okuwumula nga kulungi,
Nensi nga ya kwesima;
Nakutamya ekibegabegakye okusitula,
Nafuka omudu alagirwa emirimu.
16 Dani alisalira abantube emisango,
Ye nga kye kika mu bika bya Isiraeri.
17 Dani aliba omusota mu lugudo,
Embalasasa mu kubo,
Eruma embalasi ebinulo,
Nokugalanjuka eyebagade nagalanjuka.
18 Nindiride obulokozibwo, ai Mukama.
19 Gada, ekibina kirimunyigiriza:
Naye ye alinyigiriza ekisinziro kyabwe.
20 Mu Aseri emereye eriba ng'imu,
Alireta enva enungi eza kabaka.
21 Nafutali ye mpeyo esumuludwa:
Ayogera ebigambo ebirungi.
22 Yusufu lye tabi eribala enyo.
Etabi eribala enyo awali oluzi;
Abanabe babuna bugwe.
23 Abalasa obusale bamunakuwaza nyo,
Bamulasa, bamuiganya:
24 Naye omutegogwe negunyuwera namanyi,
Nemikono gyengaloze negiwebwa amanyi,
Eri emikono Gyomuinza wa Yakobo,
[Omuva omusumba, ejinja lya Isiraeri,]
25 Ye Katonda wa kitawo, anakuberanga,
Ye Muinza webintu byona, anakuwanga omukisa,
Omukisa oguva mu gulu wagulu,
Nomukisa oguva mu nyanja egalamira wansi,
Nomukisa oguva mu mabere, noguva mu lubuto.
26 Omukisa gwa kitawo

Gusingide dala omukisa gwa bajaja bange
Okutusa ku nsalo eyenkomerero eyensozi ezitaligwawo:
Gunabanga ku mutwe gwa Yusufu
Ne ku bwezinge bwoyo eyayawulibwa ne bagandabe.
Benyamini gwe musege ogunyaga : 27
Enkya analyanga omuigo,
Era akawungezi anagabanga omunyago.
Ebyo byona bye bika bya Isiraeri ekumi nebi- 28
biri : nebyo kitabwe byeyababulira nabasabira omukisa ; buli muntu ngomukisagwe bwegwali bweyabasabira bwatyo omukisa. Nabakutira, na- 29
bagamba nti Ng'enda okutwalibwa awali abantu bange : munzikanga wamu ne bajaja bange mu mpuku eri mu nimiro ya Eferoni Omukiti, mu 30
mpuku eri mu nimiro ya Makapera, eri mu maso ga Mamere, munsi ya Kanani, Eferoni Omukiti gyeyaguza Ibulaimu awamu nenimiro okuba obutaka obwokuzikangamu : eyo gyebazika Ibulaimu 31
ne Sala mukaziwe ; eyo gyebazika Isaka ne Lebeka mukaziwe ; era eyo gyenazika Lea : enimiro 32
nempuku egirimu, abana ba Kesi gyebabaguza. Awo Yakobo bweyamala okukutira abanabe, 33
nafunya amaguluge ku kitanda, nata obulamu, natwalibwa eri abantube.

50

Yusufu nagwa ku maso ga kitawe, namukabi- 1
rako, namunywegera. Yusufu nalagira abadube 2
abasawo okukalirira kitawe : abasawo nebakalirira Isiraeri. Nebamala enaku ana nga bamukalirira ; 3
kubanga bwezityo enaku ezokukaliriramu bwezenkana okuzimala : Abamisiri nebamala enaku nsanvu nga bakumye olumbe kububwe.

Awo enaku ezokumukabira bwezagwa, Yusufu 4
nagamba enyumba ya Falao nti Obanga kakano

ndabye ekisa mu maso gamwe, mbegairide, mwo-
5 gere mu matu ga Falao nti Kitange yandaiza
ngayogera nti Laba, nfa: mu ntana gyenesimira
munsi ya Kanani mwolinzika. Kale kakano
nkwegairide, nyambuke, nzike kitange, era ndiko-
6 mawo. Falao nayogera nti Yambuka ozike kitawo
7 nga bweyakulaiza. Yusufu nayambuka okuzika
kitawe: newagenda naye abadu bona aba Falao,
abakade abenyumbaye nabakade bona abensi Ye-
8 misiri, nenyumba yona eya Yusufu, ne bagandabe
nenyumba ya kitawe: abana babwe abato, nendiga
zabwe nente zabwe ebyo byoka byebaleka munsi
9 Yegoseni. Newayambuka naye amagali era nabe-
bagade ku mbalasi: nekiba ekibina ekinene enyo.
10 Nebatuka ku guliro lya Atada, eriri emitala wa
Yolidani, nebakubira eyo ebiwobe bingi binene
nyo: namala enaku musanvu ngakabira kitawe.
11 Nabo abatula munsi, Abakanani, bwebalaba nga
bakabira mu guliro lya Atada, nebogera nti Oku-
kaba kuno kungi eri Abamisiri: erinya lyalyo
kyeryava litumibwa Aberimiziraimu, ekiri emi-
12 tala wa Yolidani. Abanabe nebamukolera nga
13 bweyabalagira: kubanga abanabe nebamusitula
nebamutwala munsi ya Kanani, nebamuzika mu
mpuku eyomunimiro ya Makapera, Ibulaimu
gyeyagula awamu nenimiro, okuba obutaka oku-
zikangamu, eri Eferoni Omukiti, eri mu maso ga
Mamere.
14 Yusufu nadayo mu Misiri ye ne bagandabe ne
bona abagenda naye okuzika kitawe, bweyamala
15 okuzika kitawe. Baganda ba Yusufu bwebalaba
nga kitabwe yafa, nebogera nti Mpozi Yusufu
agenda okutukyawa, nokutuwalanirako dala obubi
16 bwona bwetwamukola. Nebatumira Yusufu nga
bogera nti Kitawo yalagira bweyali nga tanafa
17 ngayogera nti Bwemutyo bwemuligamba Yusufu
nti Nkwegairide kakano, sonyiwa okwonona
kwa bagandabo nekibi kyabwe, kubanga ba-

kukola bubi: ne kakano, tukwegairide, sonyiwa okwonona kwabadu ba Katonda wa kitawo. Yusufu nakaba amaziga bwebayogera naye. Ne ba- 18
gandabe nokugenda nebagenda nebavunama mu masoge; nebogera nti Laba, tuli badubo. Yusufu 19
nabagamba nti Temutya: nze ndi mu kifo kya Katonda? Namwe, mwali mwagala okundetako 20
ebibi; naye Katonda yali ayagala okundetako ebirungi, okutusa ebibawo lero, okuwonya abantu abangi baleme okufa. Kale kakano temutya: 21
nalisanga mwe nabana bamwe abato. Nabasanyusa, nabagamba ebyekisa.

Yusufu natula mu Misiri ye nenyumba ya kita- 22
we: Yusufu nawangala emyaka kikumi mu kumi. Yusufu nalaba abana ba Eferaimu abemirembe 23
egyokusatu: era nabana ba Makira omwana wa Manase bazalirwa ku mavivi ga Yusufu. Yusufu 24
nagamba bagandabe nti Nfa: naye Katonda talirema kubajira nokubagya munsi eno okubatwala munsi gyeyalairira Ibulaimu, Isaka, ne Yakobo. Yusufu nalaiza abana ba Isiraeri ngayogera nti 25
Katonda talirema kubajira, namwe mulitwala amagumba gange nga mugagya muno. Bwatyo 26
Yusufu nafa, nga yakamaze emyaka kikumi mu kumi: nebamukalirira, nebamuteka mu sanduke eyokuzikamu mu Misiri.

EKITABO

EKYOKUBIRI EKYA MUSA

OKUVA.

1

GANO ge manya gabana ba Isiraeri abatuka mu 1
Misiri; buli muntu nenyumbaye naja awamu ne
Yakobo. Leubeni, Simeoni, Levi, ne Yuda; 2
Isakali, Zebuloni, ne Benyamini; Dani ne Nafu- 3,4
tali, Gada ne Aseri. Abantu bona abava mu 5
ntumbwe za Yakobo nebaba emyoyo nsanvu: naye
Yusufu yali ngamaze okubera mu Misiri. Yusu- 6
fu nafa, ne bagandabe bona, nemirembe giri gyona.
Abana ba Isiraeri nebazala, nebeyongera nyo, neba- 7
ba bangi, nebaba ba manyi nyo; ensi nejula abo.

Awo newalya kabaka omugya mu Misiri atamu- 8
manya Yusufu. Nabagamba abantube nti Laba, 9
abantu babana ba Isiraeri bangi ba manyi okusi-
nga fe: kale tubasalire amagezi; baleme okuba 10
abangi, olutalo bwerulija baleme okwegata na-
balabe bafe, okulwana nafe, okugolokoka okuva
munsi. Kyebava babatekako abakoza okuba- 11
bonyabonya nemigugu. Nebamuzimbira Falao
ebibuga ebyokuterekeramu, Pisomu ne Lamusesi.
Naye nga bwebeyongera okubabonyabonya, bweba- 12
tyo bo bwebeyongera obungi nokubuna. Nebana-
kuwala olwabana ba Isiraeri. Abamisiri nebaba- 13

koza emirimu abana ba Isiraeri namanyi: nebakayisa obulamu bwabwe mu budu obuzibu, (okutegana) nebumba nebitole ebibumbe, era nobudu bwona obwomunsuku, obudu bwona bwebabakoza namanyi. 14

Kabaka Wemisiri nabagamba abazalisa Abeberaniya, erinya lyomu Sifira, erinya lyowokubiri Puwa: nayogera nti Bwemubakolanga abakazi Abeberaniya emirimu egyobuzalisa, bwemubalabanga nga bali ku ntebe; (omwana) bwabanga owobulenzi, mumutanga; naye bwabanga owobuwala, aberanga mulamu. Naye abazalisa nebamutya Katonda, so tebakola nga bwebalagirwa kabaka Wemisiri, naye babakuma abana abobulenzi nga balamu. Kabaka Wemisiri nabaita abazalisa, nabagamba nti Kiki ekibakoza ekigambo ekyo, nemubakuma abana abobulenzi nga balamu? Abazalisa nebamugamba Falao nti Kubanga abakazi Abeberaniya tebali ngabakazi Abamisiri; kubanga balamu, nebamala okuzala, abazalisa nga tebanaja gyebali. Katonda nabakola bulungi abazalisa: abantu nebaba bangi, nebaba ba manyi nyo. Awo, kubanga abazalisa batya Katonda, nababawa abana. Falao nalagira abantube bona nayogera nti Buli mulenzi alizalibwa mumusulanga mu muga, buli muwala mumukumanga mulamu. 15 16 17 18 19 20 21 22

2

Omuntu owomunyumba ya Levi nagenda nawasa muwala wa Levi. Omukazi naba olubuto nazala omwana wa bulenzi: naye bweyamulaba nga mulungi, namukwekera emyezi esatu. Awo bwatainza kumukweka nate, namutwalira ekiguli ekyentogo, nakisiga nebitosi nenvumbo; omwana namuteka munda, nateka mu kitogo ku lubalama lwomuga. Mwanyina naimirira wala amanye ekinamuberako. Muwala wa Falao naserengeta okunaba ku muga; abazanabe nebatambula ku 1 2 3 4 5

lubalama lwomuga; nalaba ekiguli mu kitogo,
6 natuma omuzanawe okukireta. Nakisumulula,
nalaba omwana: laba, omwana nakaba. Namusa-
sira, nayogera nti Ono ye mune wabana ba Be-
7 beraniya. Awo mwanyina namugamba omuwala
wa Falao nti Ng'ende nkuitire omulezi mu bakazi
8 Abeberaniya akuyonseze omwana? Muwala wa
Falao namugamba nti Kale. Omuwala nagenda
9 namuita nyina womwana. Muwala wa Falao
namugamba nti Twala omwana ono omunyonseze,
nange ndikuwa emperayo. Omukazi natwala
10 omwana, namuyonsa. Omwana nakula, namule-
tera muwala wa Falao, nafuka omwanawe. Na-
mutuma erinyalye Musa, nayogera nti Kubanga
namugya mu ma'zi.
11 Awo olwatuka mu naku ziri, ngamaze okukula
Musa, nabajira bagandabe, nalaba emigugu gya-
bwe: nalaba omuntu Omumisiri ngakuba omuntu
12 Omweberaniya, owomubagandabe. Namagamaga
eruwi neruwi nalaba nga tewali muntu, nalyoka
amukuba Omumisiri, namukweka mu musenyu.
13 Awo ku lunaku olwokubiri navayo, laba, abasaja
babiri abomu Beberaniya nebalwana: namugamba
14 oli eyakola obubi nti Kiki ekikubiza muno? Nayo-
gera nti Ani eyakuwa obukulu nokutulamula fe?
Oyagala kunzita nze nga bwewata Omumisiri?
Musa natya nayogera nti Mazima ekigambo kino
15 kimanyise. Awo Falao bweyawulira ekigambo
ekyo, nayagala okumuta Musa. Naye Musa nadu-
ka mu maso ga Falao, natula munsi ya Midiani:
16 natula wansi okumpi nolu'zi. Ne kabona Owe-
midiani yalina abawala musanvu: nebaja ne-
basena amazi, nebajuza ebyesero nebazinywesa
17 endiga za kitabwe. Abasumba nebaja nebabaga-
goba: naye Musa nagolokoka nababera, nanywesa
18 ekisibo kyabwe. Bwebaja eri Leweri kitabwe,
19 nayogera nti Nga muze mangu lero? Nebogera
nti Omuntu Omumisiri yatuwonyeza nu mikono

gyabasumba, nate natusenera amazi, nanywesa ekisibo. Nabagamba bawalabe nti Aliruwiwa? Kiki ekibaleseza omuntu oyo? Mumuite alye emere. Musa nakiriza okutula nomuntu oyo: namuwa Musa muwalawe Zipola. Nazala omwana owobulenzi, namutuma erinyalye Geresomu: kubanga yagamba nti Nali mugenyi munsi etali yange.

Awo enaku ziri bwezaitawo enyingi, kabaka Wemisiri nafa: abana ba Isiraeri nebasinda kulwobudu bwabwe, nebakaba, nokukaba kwabwe nekulinya eri Katonda kulwobudu bwabwe. Katonda nawulira okusinda kwabwe, Katonda najukira endaganoye (gyeyalagana) ne Ibulaimu ne Isaka ne Yakobo. Katonda nalaba abana ba Isiraeri, Katonda nabalowoza.

3

Awo Musa yali ngalunda ekisibo kya Yesero mukodomiwe, kabona Wemidiani: natwala ekisibo enyuma wolukola, natuka ku lusozi lwa Katonda Kolebu. Malaika wa Mukama namulabikira mu lulimi lwomuliro okuva wakati wekisaka: natunulira, laba, ekisaka ekyo nekyaka omuliro ekisaka nekitasirira. Musa nayogera nti Kanekolobye kakati, ndabe ekigambo kino ekikulu, ekisaka kyekivude kirema okusirira. Mukama bweyalaba nga yekolobeza okulaba, Katonda namuita ngaima wakati wekisaka nayogera nti Musa, Musa. Naitaba nti Nze nzuno. Nayogera nti Tosembera wano: gyamu engatozo mu bigerebyo, kubanga ekifo kyoimiridemu ye nsi entukuvu. Nayogera nate nti Nze ndi Katonda wa kitawo, Katonda wa Ibulaimu, Katonda wa Isaka, era Katonda wa Yakobo. Musa nakweka amasoge; kubanga yatya okumutunulira Katonda. Mukama nayogera nti Ndabide dala okubonabona okwabantu bange abali mu Misiri, nempulira oku-

kaba kwabwe kulwabo ababakoza; kubanga manyi
8 enaku zabwe; era nzise okubawonya mu mukono
Ogwabamisiri, okubalinyisa okuva munsi eri (bain-
gire) munsi enungi engazi, munsi ejude amata no-
mubisi gwenjuki; mu kifo Ekyomukanani, Ne-
kyomukiti, Nekyomwamoli, Nekyomuperizi, Ne-
9 kyomukivi, Nekyomuyebusi. Kale, laba, okukaba
okwabana ba Isiraeri kutuse gyendi: nate nda-
bye okubonabona kwebababonyabonya Abamisiri.
10 Kale no jangu, nakutuma eri Falao, obagyeyo aba-
11 ntu bange abana ba Isiraeri mu Misiri. Musa namu-
gamba Katonda nti Nzani agenda eri Falao mba-
12 gyeyo abana ba Isiraeri mu Misiri? Nayogera nti
Mazima ndibera wamu nawe; era kano kalikube-
rera akabonero, nga nze nkutumye: bwolimala
okugya abantu abo mu Misiri, mulimuwereza Ka-
13 tonda ku lusozi luno. Musa namugamba Katonda
nti Laba, bwendigenda nze eri abana ba Isiraeri,
nembagamba nti Katonda wa bajaja bamwe ya-
ntumye eri mwe; nabo balyogera nti Erinya-
14 lye yani? ndibagamba ntya? Katonda namu-
gamba Musa nti Ninga bwendi: nayogera nti
Bwotyo bwolibagamba abana ba Isiraeri nti Ndi
15 yantumye eri mwe. Katonda namugamba nate
Musa nti Bwotyo bwolibagamba abana ba Isiraeri
nti Mukama Katonda wa bajaja bamwe, Katonda
wa Ibulaimu, Katonda wa Isaka, era Katonda wa
Yakobo yantumye eri mwe: eryo lye linya lya-
nge ebiro ebitagwawo, nekyo kye kijukizo kyange
16 emirembe gyona. Genda okung'anye abakade ba
Isiraeri awamu, obagambe nti Mukama Katonda
wa bajaja bamwe, Katonda wa Ibulaimu, owa
Isaka, era owa Yakobo, yandabikide ngayogera nti
Mbajiride dala, (ndabye) byemukolebwa mu Misiri:
17 nenjogera nti Ndibalinyisa okubagya mu kibono-
bono Ekyemisiri okuingira munsi Eyomukanani,
Nomukiti, Nomwamoli, Nomuperizi, Nomukivi,
Nomuyebusi, munsi ejude amata nomubisi gwenju-

ki. Balikuwulira edoboziryo: olija, gwe nabakade 18
ba Isiraeri, eri kabaka Wemisiri, mulimugamba nti
Mukama, Katonda wa Beberaniya, yatujira: kale
no, otulagire, tukwegairide, tugende olugendo
olwenaku satu mu lukola, tuweyo sadaka eri Ka-
tonda wafe. Era manyi nti kabaka Wemisiri 19
talibalagira kugenda, wewawo era nomu-
kono ogwamanyi. Nange ndigolola omukono 20
gwange, nenkuba Misiri namagero gange gona
gendikola wakati wayo: oluvanyuma lwago alibа-
lagira. Era ndibawa abantu abo okwagalibwa mu 21
maso Gabamisiri: awo lwemulivayo, temulivayo
bwerere: naye buli mukazi alimusaba muliranwa- 22
we noli abera mu nyumbaye, ebintu ebya feza ne-
bintu ebya zabu nengoye: mulibiteka ku batabani
bamwe nabawala bamwe; mulibanyaga Abamisiri.
Musa nadamu nayogera nti Naye, laba, tebalinzi- 4
kiriza so tebaliwulira dobozi lyange: kubanga
balyogera nti Mukama teyakulabikira. Mukama 2
namugamba nti Kiki ekiri mu mukonogwo?
Nayogera nti Mugo. Nayogera nti Gusule wa- 3
nsi. Nagusula wansi, negufuka omusota; Musa
naduka mu maso gagwo. Mukama namugamba 4
Musa nti Golola omukonogwo, ogukwate akawu-
wo: [nagolola omukonogwe, nagukwata, negufu-
ka omugo mu mukonogwe:] balyoke bakirize nti 5
Mukama Katonda wa bajaja babwe, Katonda wa
Ibulaimu, Katonda wa Isaka, era Katonda wa Ya-
kobo, nti yakulabikide. Mukama namugamba 6
nate nti Teka omukono mu kifubakyo. Nateka
omukonogwe mu kifubakye: bweyagugyamu, laba,
omukonogwe nga gulina ebigenge ngomuzira.
Nayogera nti Guze omukonogwo mu kifubakyo. 7
[Naguza omukonogwe mu kifubakye; bweyagu,
gya mu kifubakye, laba, nga gufuse ngomubiri
(gwona)]. Awo olulituka bwebatalikukiriza era 8
bwebataliwulira dobozi lya kabonero akoluberye-
berye, balikiriza edobozi eryakabonero akokubiri.

9 Awo bwebatalikiriza bubonero buno bwombiriri
era bwebataliwulira doboziryo, olisena ku ma'zi
gomuga nofuka ku lukalu: ama'zi golisena mu
10 muga galifuka omusai ku lukalu. Musa namu-
gamba Mukama nti Ai Mukama, nze siri mu-
ntu wa bigambo newakubade juzi, newakubade
okuva lwoyogede nomuduwo: kubanga sogera
11 mangu, nolulimi lwange luzito. Mukama namu-
gamba nti Ani eyakola akamwa komuntu? Oba
ani afula kasiru oba omuzibe wamatu oba atunula
12 oba muzibe wamaso? Si nze Mukama? Kale,
kakano genda, nange ndibera wamu nakamwako,
13 ndikuigiriza byolyogera. Nayogera nti Ai Mu-
kama, tuma no, nkwegairide, mu mukono
14 gwoyo gwoyagala okutuma. Obusungu bwa Mu-
kama nebwaka ku Musa, nayogera nti Tewali
Aloni mugandawo Mulevi? Manyi nti ainza
okwogera obulungi. Era, laba, aja okukusisi-
nkana: bwalikulaba, alisanyuka mu mutimagwe.
15 Nawe olimugamba, era oliteka ebigambo mu ka-
mwake: nange ndibera wamu nakamwako, na-
16 kamwake, ndibaigiriza byemulikola. Naye ali-
bera mutegezawo eri abantu: awo alikuberera
17 kamwa, nawe olimuberera nga Katonda. Nawe
olitwala omugo guno mu mukonogwo, gwolikoza
obubonero.

18 Musa nagenda nadayo eri Yesero mukodomiwe,
namugamba nti Kang'ende, nkwegairide, nzireyo
eri baganda bange abali mu Misiri, ndabe nga
bakyali balamu. Yesero namugamba Musa nti
19 Genda nemirembe. Mukama namugamba Musa
mu Midiani nti Genda, odeyo mu Misiri: ku-
banga abantu bona abali bakunonya obulamu-
20 bwo bafude. Musa natwala mukaziwe nabanabe,
nabebagaza ku ndogoi, nadayo munsi Yemisiri:
Musa natwala omugo gwa Katonda mu mukono-
21 gwe. Mukama namugamba Musa nti Bwolidayo
mu Misiri, tolemanga kukola mu maso ga Falao

amagero gona gentese mu mukonogwo: naye
ndikakanyaza omutimagwe, talibaleka abantu
okugenda. Nawe olimugamba Falao nti Bwati 22
bwayogera Mukama nti Isiraeri ye mwana wange,
omuberyeberye wange: nange nkugambye nti 23
Leka omwana wange ampereze; nawe oganyi
okumuleka: laba, ndimuta omwanawo, omu-
beryeberyewo. Awo (bwebali nga bakyali) mu 24
kubo mu kisulo, Mukama namusisinkana naya-
gala okumuta. Awo Zipola natwala ejinja, nasa- 25
lako ekikuta kyomwanawe, nakisula ku bigere-
bye; nayogera nti Mazima omberera omwami
wobugole womusai. Namuleka. Nalyoka ayo- 26
gera nti Oli mwami wobugole womusai kulwoku-
komola.

Mukama namugamba Aloni nti Genda mu 27
lukola omusisinkane Musa. Nagenda namulaba
ku lusozi lwa Katonda, namunywegera. Musa 28
namugamba Aloni ebigambo byona ebya Mukama
byeyamutuma nabyo, nobubonero bwona bweya-
mulagira. Musa ne Aloni nebagenda nebakung'a- 29
nya abakade bona ababana ba Isiraeri: Aloni 30
nayogera ebigambo byona Mukama byeyamuga-
mba Musa, nakola obubonero mu maso gabantu.
Abantu nebakiriza: bwebawulira nti Mukama 31
yabajira abana ba Isiraeri nalaba okubonabona
kwabwe, nebavunama emitwe gyabwe, nebasinza.
Awo oluvanyuma nebaja Musa ne Aloni neba- 5
mugamba Falao nti Bwati bwayogera Mukama,
Katonda wa Isiraeri, nti Leka abantu bange ba-
nkolere embaga mu lukola. Falao nayogera nti 2
Mukama yani, muwulire edobozirye okuleka Isi-
raeri? Simumanyi nze Mukama, era nate sirireka
Isiraeri. Nebogera nti Katonda wa Beberaniya 3
yatusisinkana: tukwegairide, leka tugende olu-
gendo lwa naku satu mu lukola, tuweyo sadaka
eri Mukama Katonda wafe; aleme okutukuba
ne kawumpuli oba nekitala. Kabaka Wemisiri 4
nabagamba nti Lwa ki mwe, Musa ne Aloni,

okubalesayo abantu emirimu gyabwe? Mugende
5 eri emigugu gyamwe. Falao nayogera nti Laba,
abantu abomunsi bangi kakano, namwe mubawu-
6 muza mu migugu gyabwe. Ku lunaku luli Falao
nabalagira abakoza babantu nabami babwe, nga-
7 yogera nti Temubawanga nate abantu esubi eryo-
kukoza ebitole ngeda: bagende bekung'anyize
8 esubi. Nomuwendo ogwebitole, gwebakola eda,
mugubasalire; muleme okugukendezako na kato-
no: kubanga bagayala; kyebava bakaba nga bo-
gera nti Leka tugende tuweyo sadaka eri Katonda
9 wafe. Emirimu emizibu gisalirwe abasaja bagi-
kole; baleme okuwulira ebigambo ebyobulimba.
10 Abakoza babantu nebavayo nabami babwe, neba-
bagamba abantu nga bogera nti Bwati bwayo-
11 gera Falao nti Siribawa subi. Mugende mweka,
mweretere esubi gyemuinza okuliraba: kubanga
emirimu gyamwe tegirisalibwako na katono.
12 Awo abantu nebasasanira munsi yona Eyemisiri
13 okukung'anya ebisasiro nga tewali subi. Abakoza
babwe nebabakubiriza, nga bogera nti Mutukirize
emirimu gyamwe, emirimu egya buli lunaku,
14 nga bwemwakola esubi bweryabangawo. Abami
babana ba Isiraeri, abakoza ba Falao bebakuza
kubo, nebakubibwa, nga bogera nti Lwa ki obu-
tatukiriza mulimu gwamwe jo ne lero, okukola
15 ebitole ngeda? Awo nebaja abami babana ba
Isiraeri nebamukabira Falao, nga bogera nti Kiki
16 ekikukoza bwotyo abadubo? Abadubo tetuwe-
bwa subi, nebatugamba nti Mukole ebitole: era,
laba, abadubo tukubibwa; naye musango guli ku
17 bantubo. Naye nayogera nti Mugayala, muga-
yala: kyemuva mwogera nti Leka tugende tuwe-
18 yo sadaka eri Mukama. Kale kakati mugende
mukole emirimu; kubanga temuliwebwa subi,
naye namwe munaletanga omuwendo gwebitole.
19 Abami babana ba Isiraeri nebalaba nga balabye
obubi bwebayogera nti Temulikendeza ku bitole

byamwe na katono, emirimu egya buli lunaku.
Nebabasisinkana Musa ne Aloni, abali baimiride 20
mu kubo, nga bava eri Falao: nebabagamba nti 21
Mukama abatunulire asale omusango; kubanga
mutukyayisiza okuwunya kwafe mu maso ga
Falao ne mu maso gabadube, okubawa ekitala
mu mukono gwabwe okututa. Musa nadayo eri 22
Mukama nayogera nti Ai Mukama, kiki ekiku-
kozeza obubi abantu bano? Kiki ekikuntumiza
nze? Kubanga kasokede njija eri Falao okwo- 23
gera mu linyalyo, abakoze bubi abantu bano;
so tewabawonya abantubo na katono. Mukama 6
namugamba Musa nti Kakano bwoliraba byendi-
mukola Falao: kubanga nomukono ogwamanyi
alibaleka, era nomukono ogwamanyi alibagoba
mu nsiye.

Katonda nayogera ne Musa, namugamba nti 2
Nze Yakuwa: namulabikira Ibulaimu, ne Isaka, 3
ne Yakobo, nga Katonda Omuinza webintu byona,
naye mu linya lyange Yakuwa samanyibwa nabo.
Nenyuweza nate endagano yange nabo, okubawa 4
ensi ya Kanani, ensi eyokutambula kwabwe,
gyebatambulamu. Nate nempulira okusinda 5
kwabana ba Isiraeri, Abamisiri bebafula abadu;
nenjijukira endagano yange. Kyova obabulira 6
abana ba Isiraeri nti Nze Yakuwa, nange ndiba-
gyako emigugu Egyabamisiri, ndibagyirawo obudu
bwabwe, ndibanunula nomukono gwendigolola
nemisango eminene: era ndibetwalira okubera 7
egwanga, nange ndibaberera Katonda: namwe
mulimanya nga nze Yakuwa Katonda wamwe,
abagya mu migugu Egyabamisiri. Era ndibai- 8
ngiza munsi eri, gyenaimusiza omukono gwange
okugimuwa Ibulaimu ne Isaka ne Yakobo; ndi-
gibawa mwe okubera obutaka: nze Yakuma.
Musa nabagamba bwatyo abana ba Isiraeri: naye 9
nebatawulira Musa kulwobunaku obwomwoyo,
era ne kulwobudu obukambwe.

10, 11 Mukama namugamba Musa ngayogera nti Ingi-
ra, ogambe Falao kabaka Wemisiri abaleke abana
12 ba Isiraeri bave mu nsiye. Musa nayogera mu
maso ga Mukama ngagamba nti Laba, abana ba
Isiraeri tebampulide; Falao anampulira atya nze
13 atakomolebwa mimwa? Mukama namugamba
Musa ne Aloni, nabalagira eri abana ba Isiraeri
neri Falao kabaka Wemisiri, okubagya abana ba
Isiraeri munsi Yemisiri.
14 Abo gye mitwe gyenyumba za bajaja babwe:
abana ba Leubeni omuberyeberye wa Isiraeri;
Kanoka, ne Palu, Kezeroni, ne Kalami: abo bye
15 bika bya Leubeni. Nabana ba Simeoni; Yemu-
eri, ne Yamini, ne Okada, ne Yakini, ne Zokala,
ne Sauli omwana womukazi Omukanani: abo bye
16 bika bya Simeoni. Na gano ge manya gabana
ba Levi mu mirembe gyabwe; Geresoni, ne Ko-
kasi, ne Merali: nemyaka egyobulamu bwa Levi
17 emyaka kikumi mwasatu mu musanvu. Abana
ba Geresoni; Libini ne Simei, mu bika byabwe.
18 Nabana ba Kokasi: Amiramu, ne Izikala, ne
Keberoni, ne Uzieri: nemyaka egyobulamu bwa
19 Kokasi emyaka kikumi mwasatu mwesatu. Na-
bana ba Merali; Makali ne Musi. Abo bye bika
20 Byabalevi mu mirembe gyabwe. Amalamu nawasa
Yokebeda muganda wa kitawe; namuzalira Aloni
ne Musa: nemyaka egyobulamu bwa Amalamu
21 emyaka kikumi mwasatu mu musanvu. Nabana
22 ba Izikala; Kola, ne Nefega, ne Zikiri. Nabana
23 ba Uzieri; Misaeri, ne Erizafani, ne Sisiri. Aloni
nawasa Eriseba, omuwala wa Aminadabu, mu-
ganda wa Nakasoni; namuzalira Nadabu ne Abi-
24 ku, Ereazala ne Isamala. Nabana ba Kola; Asira,
ne Erikana, ne Abiasafu; abo bye bika Byaba-
25 kola. Ereazala, omwana wa Aloni, nawasa mu
bawala ba Putieri; namuzalira Fineasi. Abo gye
mitwe (gyenyumba) za bajaja Babalevi mu bika
26 byabwe. Abo ye Aloni ne Musa bali Mukama

beyagamba nti Mubagyeyo abana ba Isiraeri munsi Yemisiri mugye lyabwe. Abo be bamu- 27
gamba Falao kabaka Wemisiri okubagya abana ba Isiraeri mu Misiri: abo ye Musa ne Aloni bali.

Awo ku lunaku Mukama lweyamugamba Musa 28
munsi Yemisiri, Mukama namugamba Musa nga- 29
yogera nti Nze Mukama: omugambe Falao kaba-
ka Wemisiri buli kyenkugamba. Musa nayogera 30
mu maso ga Mukama nti Laba, nze sikomolebwa-
nga mimwa, Falao anampulira atya? Mukama 7
namugamba Musa nti Laba, nkufude Katonda
eri Falao: era Aloni mugandawo alibera nabiwo.
Olyogera buli kyenkulagira: ne Aloni muga- 2
ndawo alimugamba Falao, aleke abana ba Isiraeri
bave mu nsiye. Nange ndimukakanyaza omuti- 3
ma Falao, nenyongera obubonero bwange nama-
gero gange munsi Yemisiri. Naye Falao taliba- 4
wulira, nange nditeka omukono gwange ku Misiri,
nenfulumya egye lyange, abantu bange abana
ba Isiraeri, munsi Yemisiri nemisango eminene.
Nabo Abamisri balimanya nga nze Mukama, 5
bwendigolola omukono gwange ku Misiri, ne-
mbagyayo abana ba Isiraeri mubo. Musa ne 6
Aloni nebakola bwebatyo; Mukama nga bweya-
balagira bwebatyo bwebakola. Ne Musa yali 7
nga yakamala emyaka kinana, ne Aloni nga
yakamala emyaka kinana mwesatu, bwebayogera
ne Falao.

Mukama namugamba Musa ne Aloni ngayo- 8
gera nti Falao bwalibagamba ngayogera nti 9
Mweretere ekitalo; nolyoka omugamba Aloni
nti Twala omugogwo ogusule wansi mu maso ga
Falao, gube omusota. Musa ne Aloni nebaingira 10
ewa Falao, nebakola bwebatyo nga Mukama
bweyalagira: Aloni nasula omugogwe wansi mu
maso ga Falao ne mu maso gabadube, neguba
omusota. Falao naye nalyoka aita abagezi naba- 11

logo: era nabo abasawo Abamisiri nebakola bwe-
12 batyo namagezi gabwe agekyama. Kubanga ba-
sula buli muntu omugogwe, negiba emisota: naye
13 omugo gwa Aloni negumira emigo gyabwe. Falao
omutimagwe negukakanyala, natabawulira; nga
Mukama bweyayogera.
14 Mukama namugamba Musa nti Falao omutima-
15 gwe guzitowa, agana okubaleka abantu. Ogenda
eri Falao enkya; laba, afuluma okugenda ku mu-
ga; nawe oliimirira ku mabali gomuga okumu-
sisinkana; nomugo ogwafuka omusota oligutwala
16 mu mukonogwo. Momugamba nti Mukama, Ka-
tonda wa Beberaniya, yantumye gyoli ngayogera
nti Leka abantu bange, bampereze mu lukola:
17 era, laba, okutusa kakano towulira. Bwatyo Mu-
kama bwayogera nti Ku kino kwolimanyira nga
nze Mukama: laba, ndikuba nomugo oguli mu
mukono gwange ku ma'zi agali mu muga, gali-
18 fuka omusai. Nebyomumuga birifa, omuga guli-
wunya; Abamisiri ama'zi agomumuga galiba-
19 tama okunywako. Mukama namugamba Musa
nti Mugambe Aloni nti Twala omugogwo ogolole
omukonogwo ku ma'zi Gemisiri, ku miga gyabwe,
ku nsalosalo zabwe, ne ku bidiba byabwe, ne ku
nyanja zabwe zona ezama'zi, gafuke omusai; era
mulibera omusai munsi yona Eyemisiri, mu ntiba
20 ezomuti ne mu nsuwa ezamainja. Musa ne Aloni
nebakola bwebatyo nga Mukama bweyalagira; na-
imusa omugo, nakuba ama'zi agali mu muga, mu
maso ga Falao ne mu maso gabadube; ama'zi
21 gona agali mu muga negafuka omusai. Nebyomu-
muga nebifa; omuga neguwunya, Abamisiri
nebatainza kunywa ama'zi mu muga; omusai
22 negubera munsi yona Yemisiri. Nebakola bwe-
batyo abasawo Abamisiri mu magezi gabwe age-
kyama; Falao omutimagwe negukakanyala, nata-
23 bawulira; nga Mukama bweyayogera. Falao na-
kyuka nagenda mu nyumbaye, so natabitekako

mwoyo nebyo. Abamisiri bona nebasima kumpi 24
nomuga bafune ama'zi okunywa; kubanga ama-
'zi agomuga tebainza kunywako. Enaku musanvu 25
nezitukirira, Mukama ngamaze okukuba omuga.

8

Mukama namugamba Musa nti Ingira eri 1
Falao, omugambe nti Bwatyo Mukama bwayo-
gera nti Leka abantu bange, bampereze. Era 2
bwonogana gwe okubaleka, laba, ndikuba ensalo-
zo zona nebikere: nomuga gulijula ebikere, ebiri- 3
rinya nebiingira mu nyumbayo ne mu kisenge-
kyo mwosula, ne ku kiririkyo, ne mu nyumba
yabadubo, ne ku bantubo, ne mu ntamuzo, ne
mu bibo ebyokugoyeramu: nebikere biririnya ku- 4
gwe, era ne ku bantubo, ne ku badubo bona.
Mukama namugamba Musa nti Mugambe Aloni, 5
nti Golola omukonogwo nomugogwo ku miga,
ku nsalosalo, ne ku bidiba, olinyise ebikere kunsi
Eyemisiri. Aloni nagolola omukonogwe ku ma- 6
'zi Gemisiri; ebikere nebirinya nebisanikira ensi
Eyemisiri. Nabasawo nebakola bwebatyo nama- 7
gezi gabwe agekyama, nebalinyisa ebikere kunsi
Yemisiri. Falao nalyoka abaita Musa ne Aloni, 8
nayogera nti Musabe Mukama anziyeko ebikere
nze nabantu bange: nange nabaleka abantu, ba-
weyo sadaka eri Mukama. Musa namugamba Fa- 9
lao nti Olwekyo wenyumiriza kunze: mu biro ki
mwemba nkusabira gwe nabadubo nabantubo
ebikere bizikirizibwe kugwe ne ku nyumbazo, bisi-
gale mu muga mwoka? Nayogera nti Kulwa 10
jo. Nayogera nti Kibe ngekigambokyo: olyoke
omanye nga tewali afanana nga Mukama Katonda
wafe. Nebikere birikuleka gwe nenyumbazo 11
nabadubo nabantubo; birisigala mu muga mwo-
ka. Musa ne Aloni nebava eri Falao: Musa na- 12
mukabira Mukama kulwebikere byeyamuletera
Falao. Mukama nakola ngekigambo kya Musa: 13

ebikere nebifa mu nyumba, mumpya, ne mu
14 nsuku. Nebabikung'anya entumo nentumo: ensi
15 newunya. Naye Falao bweyalaba ngebanga weriri eryokuwumuliramu, nakakanyaza omutimagwe natabawulira; nga Mukama bweyayogera.
16 Mukama namugamba Musa nti Mugambe Aloni nti Golola omugogwo okube enfufu yensi, ebe
17 ensekere munsi yona Eyemisiri. Nebakola bwebatyo; Aloni nagolola omukonogwe nomugogwe nakuba enfufu yensi, newaba ensekere ku muntu ne ku nsolo; enfufu yona eyensi neba
18 ensekere munsi yona Eyemisiri. Nabasawo nebakola bwebatyo namagezi gabwe agekyama balyoke balete ensekere, naye nebatainza: newaba ensekere
19 ku muntu ne ku nsolo. Abasawo nebalyoka bamugamba Falao nti Eno ye ngalo ya Katonda: Falao nakakanyala omutimagwe, natabawulira; nga Mukama bweyayogera.
20 Mukama namugamba Musa nti Golokoka munkya mu matulutulu oimirire mu maso ga Falao; laba, afuluma okugenda ku ma'zi; nomugamba nti Bwatyo Mukama bwayogera nti Leka abantu
21 bange, bampereze. Naye bwotobaleka, laba, ndikuletera ebikukulu byensowera gwe nabadubo nabantubo ne mu nyumbazo: nenyumba Ezabamisiri zirijula ebikukulu byensowera, era nebibanja
22 mweziri. Nange ndigyawulako ku lunaku luli ensi Eyegoseni, abantu bange mwebasula, ebikukulu byensowera bireme okuberayo; olyoke omanye nga
23 nze Mukama ali wakati wensi. Nange nditekawo okununula wakati mu bantu bange nabantubo:
24 jo lwekaliberawo akabonero kano. Mukama nakola bwatyo; ebikukulu byensowera nebija ebizibu mu nyumba ya Falao ne mu nyumba zabadube: ne munsi yona Eyemisiri ensi nefa ebikukulu bye-
25 nsowera. Falao nabaita Musa ne Aloni, nayogera nti Mugende muweyo sadaka eri Katonda wamwe
26 munsi eno. Musa nayogera nti Si kirungi oku-

kola bwekityo ; kubanga tulimuwa ekyomuzizo Ekyabamisiri Mukama Katonda wafe: laba, bwetulimuwa ekyomuzizo Ekyabamisiri mu maso gabwe, tebalitukuba amainja? Katugende olugendo olwenaku esatu mu lukola, tuweyo sadaka eri Mukama Katonda wafe, nga bwalitulagira. Falao nayogera nti Nabaleka, muweyo sadaka eri Mukama Katonda wamwe mu lukola: wabula kino kyoka, temugenda wala nyo: munsabire. Musa nayogera nti Laba nva mu masogo, ndimusaba Mukama ebikukulu byensowera bigyibweyo eri Falao, eri abadube, neri abantube, jo: wabula kino kyoka, Falao aleme okweyongera nate okulimba obutaleka bantu, baweyo sadaka Mukama. Musa nava mu maso ga Falao, namusaba Mukama. Mukama nakola ngekigambo kya Musa; namugyirawo ebikukulu byensowera Falao, abadube, nabantube ; newatasigala nemu. Falao nakakanyaza omutimagwe omulundi ogwo nate, natabaleka abantu.

9

Mukama nalyoka amugamba Musa nti Ingira eri Falao, omugambe nti Bwatyo bwayogera Mukama, Katonda Wabeberaniya nti Baleke abantu bange, bampereze. Kubanga bwonogana okubaleka noyongera okubakwata, laba, omukono gwa Mukama guli ku maganago agali mu tale, ku mbalasi, ku ndogoi, ku ngamira, kunte, ne ku ndiga : nsotoka omuzibu enyo. Era Mukama alyawula amagana Gabaisiraeri namagana Agemisiri: so tewalifa nemu mwago agabana ba Isiraeri gona. Mukama nasawo ekisera kyeyalaga, ngayogera nti Jo Mukama bwalikola ekyo munsi. Mukama nakola kiri bwebwakya enkya, amagana gona Agemisiri negafa: naye mu magana gabana ba Isiraeri tewafa nemu. Falao natuma, laba, mu magana Gabaisiraeri tewali newakubade nemu

efude. Naye Falao omutima negukakanyala, natabaleka abantu.

8 Mukama namugamba Musa ne Aloni nti Mwe-
twalire embatu zevu eryomukyoto, Musa alimanse
9 wagulu mu maso ga Falao. Era liriba nfufu
kunsi yona Eyemisiri, liriba jute eriyulika mu
mabwa ku muntu ne ku nsolo, munsi yona Eye-
10 misiri. Nebatwala evu eryomukyoto, nebaimirira
mu maso ga Falao; Musa nalimansa wagulu;
neriba ejute eriyulika mu mabwa ku muntu ne ku
11 nsolo. Abasawo nebatainza kuimirira mu maso
ga Musa kulwamayute; kubanga amayute gali ku
12 basawo, ne ku Bamisiri bona. Mukama nagukakanyaza omutima gwa Falao, natabawulira; nga Mukama bweyamugamba Musa.

13 Mukama namugamba Musa nti Ogolokoka enkya mu makya, noimirira mu maso ga Falao, nomugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama, Katonda Wabeberaniya, nti Leka abantu bange,
14 bampereze. Kubanga omulundi guno nakuletera ebibonobono byange byona omutimagwo nabadubo nabantubo; olyoke omanye nga tewali munsi
15 yona afanana nga nze. Kubanga kakano nandigolode omukono gwange, nandikukubye gwe nabantubo ne kawumpuli, wandizikiride munsi:
16 naye dala mazima kyenava nkuimiriza okukulaga amanyi gange gwe, era erinya lyange okubulirwa
17 munsi zona. Okutusa kakano wegulumiziza ku
18 bantu bange, obutabaleka? Laba, jo nga mu kisera kino nditonyesa omuzira omuzito enyo, ogutalabikanga mu Misiri kasokede esoka okubawo
19 okutusa kakano. Kale, kakano, tuma, oyanguye okuingiza amaganago ne byona byolina mu tale; buli muntu nensolo abanalabika mu tale abataletebwe mu nyumba, omuzira gulibakuba, balifa.
20 Eyatya ekigambo kya Mukama mu badu ba Falao nabadusa abadube namaganage mu nyumba: ata-
kitya ekigambo kya Mukama nabaleka abadube
21 namaganage mu tale.

Mukama namugamba Musa nti Golola omu- 22
konogwo eri egulu, omuzira gubere munsi yona
Eyemisiri, ku muntu, ne ku nsolo, ne ku mudo
gwona ogwomunsuku, munsi yona Eyemisiri.
Musa nagolola omugogwe eri egulu: Mukama naleta 23
okubwatuka nomuzira, omuliro neguka kunsi;
Mukama natonyesa omuzira kunsi Eyemisiri.
Awo newaba omuzira, nomuliro negwaka wakati 24
womuzira, omuzito enyo, ogutabangawo munsi
yona Eyemisiri kasokede ebera egwanga. Omu- 25
zira negukuba munsi yona Eyemisiri buli ekyali
mu tale, omuntu era nensolo; omuzira negukuba
buli mudo ogwomunsuku, nagumenya buli muti
ogwomunsuku. Munsi Eyegoseni yoka, mwebali 26
abana ba Isiraeri, mwe mutali muzira. Falao 27
natuma, nabaita Musa ne Aloni, nabagamba nti
Nyononye omulundi guno: Mukama ye mutu-
kirivu, nange nabantu bange tuli babi. Mumu- 28
sabe Mukama; kubanga okubwatuka okwamanyi
nomuzira bimaze; nange ndibaleka, muleme
okulwawo nate. Musa namugamba nti Bwendi- 29
mala okuva mu kibuga, nendyoka mwanjululiza
Mukama ebibatu byange; okubwatuka kuligwawo,
so tewalibera muzira nate; olyoke omanye ngensi
ya Mukama. Naye gwe nabadubo, manyi nga 30
temulitya kakano Mukama Katonda. Obugogwa 31
ne sairi nebikubibwa: kubanga sairi yali etanula
okubala, nobugogwa bwali busansude. Naye 32
eng'ano ne kusemesi tebyakubibwa: kubanga
byali nga tebinamera. Musa nava mu kibuga 33
eri Falao, namwanjululiza Mukama ebibatubye:
okubwatuka nomuzira nebigwawo, so enkuba
netetonya kunsi. Falao bweyalaba ngenkuba 34
nomuzira nokubwatuka nga biwedewo, neyeyo-
ngera okwonona, nakakanyaza omutimagwe, ye
nabadube. Falao omutimagwe negukakanyala, 35
natabaleka abana ba Isiraeri; nga bweyayogera
Mukama mu Musa.

10

1 MUKAMA namugamba Musa nti Ingira eri
Falao: kubanga nkakanyaziza omutimagwe no-
mutima gwabadube, ndyoke ndage obubonero
2 bwange buno wakati wabwe: era olyoke obulire mu
matu gomwanawo ne mu gomwana womwanawo,
byenkoze ku Misiri, nobubonero bwange bwenkoze
wakati wabwe; mulyoke mumanye nga nze Mu-
3 kama. Musa ne Aloni nebaingira eri Falao, neba-
mugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama Kato-
nda Wabeberaniya nti Olitusa wa okugana okwe-
towaza mu maso gange? Leka abantu bange, ba-
4 mpereze. Naye, bwonogana okubaleka abantu ba-
5 nge, laba, jo ndireta enzige mu nsaloyo: zirisani-
kira kungulu kunsi, ensi ereme okulabika: zirirya
ebisagade ebyawonawo, omuzira byegwabalekera,
6 nezirya buli muti ogubamerera mu nsuku: era
enyumbazo zirijula, nenyumba zabadubo bona,
nenyumba Zabamisiri bona; nga bakitawo bwe-
batalaba newakubade bakitabwe bakitawo, okuva
lwebaberawo kunsi okutusa lero. Nakyuka, nava
7 eri Falao. Abadu ba Falao nebamugamba nti
Alitusa wa ono okutuberera omutego? Leka aba-
ntu, bamuwereze Mukama Katonda wabwe: tona-
8 manya nga Emisiri efude? Neba'zibwa Musa ne
Aloni eri Falao: nabagamba nti Mugende, mu-
wereze Mukama Katonda wamwe: naye bani aba-
9 ligenda? Musa nayogera nti Tuligenda nabana
bafe abato era nabakade bafe, nabana bafe abobu-
lenzi era nabana bafe abobuwala, nendiga zafe era
nente zafe bwetuligenda; kubanga kitugwanide fe
10 okumukolera Mukama embaga. Nabagamba nti
Mukama abe namwe nga bwendibaleka mwe na-
bana bamwe abawere: mulabe; kubanga obubi
11 buli mu maso gamwe. Neda: mwe abasaja
abakulu mugende kakano, mumuwereze Mu-

kama; kubanga ekyo kyemwagala. Nebagobebwa
mu maso ga Falao.
Mukama namugamba Musa nti Golola omukono- 12
gwo kunsi Eyemisiri wabe enzige, zirinye kunsi
Eyemisiri, zirye buli mudo ogwensi, byona byona
omuzira byegwalekawo. Musa nagolola omugogwe 13
kunsi Eyemisiri, Mukama naleta embuyaga kunsi
ezava ebuvanjuba ku lunaku luli obude okuziba
nokukya; bwebwakya enkya, embuyaga ezava
ebuvanjuba nezireta enzige. Enzige nezirinya ku- 14
nsi yona Eyemisiri, nezigwa mu nsalo zona Eze-
misiri; zali nzibu nyo; eda neda tewabanga
nzige ngezo, newakubade enyuma wazo tewalibera
ngezo. Kubanga zasanikira kungulu kunsi yona, 15
ensi nefusibwa ekizikiza; nezirya buli mudo
gwona ogwensi nebibala byona ebyemiti, omuzira
byegwalekawo: newatasigala kintu kibisi, newa-
kubade omuti newakubade omudo ogwomunsuku,
munsi yona Eyemisiri. Falao nalyoka abaita 16
mangu Musa ne Aloni; nayógera nti Nyononye
Mukama Katonda wamwe, namwe. Kale kakano 17
nkwegairide, munsonyiwe okwonona kwange omu-
lundi guno gwoka, mumusabe Mukama Katonda
wamwe, anziyeko olumbe luno lwoka. Nava eri 18
Falao, namusaba Mukama. Mukama naleta embu- 19
yaga ezamanyi enyo ezava ebugwanjuba, nezitwala
enzige, nezizisula mu Nyanja Emyufu; tewasigala
nzige nemu mu nsalo yona Eyemisiri. Naye 20
Mukama nagukakanyaza omutima gwa Falao,
natabaleka abana ba Isiraeri.
Mukama namugamba Musa nti Golola omuko- 21
nogwo eri egulu, ekizikiza kibere kunsi Eyemisiri,
ekizikiza ekiwulikika. Musa nagolola omukono- 22
gwe eri egulu; ekizikiza ekikute nekiba munsi yo-
na Eyemisiri enaku satu; tebalabagana, newaku- 23
bade omuntu yena teyagolokoka mu kifokye enaku
satu: naye abana ba Isiraeri bona balina omusana
munju zabwe. Falao namuita Musa nayogera 24

nti Mugende mumuwereze Mukama; endiga za-
mwe nente zamwe ze ziba zisigala zoka: abana
25 abawere nabo bagende namwe. Musa nayogera
nti Kikugwanide nate okutuwa mu mikono gyafe
sadaka nebiwebwayo ebyokebwa, tuweyo sadaka
26 eri Mukama Katonda wafe. Era namagana gafe
galigenda nafe; tewalisigala kinulo nekimu; ku-
banga kitugwanide okuzitwalako, tumuwereze
Mukama, Katonda wafe; era tetumanyi byetuli-
muwerezesa Mukama, okutusa lwetulituka eyo.
27 Naye Mukama nagukakanyaza omutima gwa
28 Falao, natayagala kubaleka. Falao namugamba
nti Vawo wendi, wekume, oleme okulaba amaso
gange nate; kubanga ku lunaku lwolirabiramu
29 amaso gange, olifa. Musa nayogera nti Oyogede
bulungi; siriraba nate masogo.

11

1 Mukama namugamba Musa nti Ekibonobono
kimu nate kyendimuletera Falao Nemisiri; oluva-
nyuma alibaleka okuvamu: bwalibaleka, mazima
2 alibagobera dala muno. Yogera kakano mu matu
gabantu, basabe buli musaja eri muliranwawe na
buli mukazi eri muliranwawe ebintu ebya feza
3 nebintu ebya zabu. Mukama nabawa abantu
okwagalibwa mu maso Gabamisiri. Nate omuntu
Musa yali mukulu nyo munsi Eyemisiri, mu maso
gabadu ba Falao, ne mu maso gabantu.
4 Musa nayogera nti Bwatyo Mukama bwayogera
nti Nga mu tumbi ndifuluma wakati Wemisiri:
5 nababeryeberye bona abomunsi Eyemisiri bali-
fa, okuva ku muberyeberye wa Falao atula ku
ntebe eyobwakabaka okutuka ku muberyeberye
womuzana ali enyuma wolubengo; nebiberyeberye
6 byona ebyebisibo. Era walibera okukaba okungi
munsi yona Eyemisiri, okutabangawo newakubade
7 tekulibawo nate nga kuno. Naye kwomu mu bana
ba Isiraeri embwa terimuwagalako lulimi, ku

muntu newakubade ensolo: mulyoke mumanye Mukama bwayawula wakati Wabamisiri ne Isiraeri. Era abadubo bano bona baliserengeta 8
gyendi balivunamira nze, nga bogera nti Genda nabantubo bona abakugoberera: oluvanyuma ndigenda. Nava eri Falao nobusungu bungi.
Mukama namugamba Musa nti Falao talibawu- 9
lira: ebyamagero byange biryoke byeyongere munsi Eyemisiri. Musa ne Aloni nebakola ebyama- 10
gero bino byona mu maso ga Falao: Mukama nakakanyaza omutima gwa Falao, natabaleka abana ba Isiraeri okuva mu nsiye.

12

Mukama nabagamba Musa ne Aloni munsi 1
Eyemisiri, ngayogera nti Omwezi guno gulibaberera ogwoluberyeberye mu myezi: gulibaberera omwezi ogwoluberyeberye ogwomwaka. 2
Mugambe ekibina kyona ekya Isiraeri, nga mwo- 3
gera nti Ku (lunaku) olwekumi olwomwezi guno balyetwalira buli muntu omwana wendiga, ngenyumba za bajaja babwe bweziri, omwana wendiga buli nyumba: era enyumba bwebanga entono nga 4
temalewo mwana wendiga, kale abere ne muliranwawe ali okumpi nenyumbaye bamutwale ngomuwendo gwemyoyo gyabantu bweguli; buli muntu nga bwalya, mulibalibwa ku mwana wendiga. Omwana wendiga wamwe talibako bulema, 5
omusaja eyakamala omwaka: mulimutwala mu ndiga oba mu mbuzi: mulimutereka okutusa olu- 6
naku olwekumi nenya olwomwezi guno: ekung'aniro lyona eryekibina kya Isiraeri balimuta lwa 7
gulo. Era balitwala ku musai, baguteke ku mifubeto gyombi ne ku kabuno, mu nyumba mwebalimulira. Awo balirya enyama mu kiro kiri, 8
ngeyokebwa nomuliro, nemigati egitali mizimbulukuse; baligirira nenva ezikawa. Temugiryanga- 9
ko embisi newandibade enfumbe nama'zi wabula

enjokye nomuliro ; omutwe gwayo nebigere byayo
10 nebyomunda byayo. Namwe temugirekangawo
okutusa enkya; naye erekebwako okutusa enkya
11 muligyokya nomuliro. Era bwemutyo bwemuli-
girya; nga mwesibye ebimyu, nengato nga ziri mu
bigere byamwe, nomugo nga guli mu mukono gwa-
mwe: mugiryanga mangu: eyo kwe kuitako kwa
12 Mukama. Kubanga ndiita munsi Eyemisiri mu
kiro kiri, ndikuba ababeryeberye bona munsi Eye-
misiri, omuntu era nensolo ; era ku bakatonda
bona Bemisiri ndisala emisango : nze Mukama.
13 Awo omusai gulibaberera akabonero ku nyu-
mba zemulimu: nange bwendiraba omusai, ndi-
baitako, so tewalibera lumbe kumwe okubazi-
14 kiriza, bwendikuba ensi Eyemisiri. Era olunaku
luno lulibaberera ekijukizo, namwe munalwe-
kumanga embaga ya Mukama: mu mirembe gya-
mwe gyona munalwekumanga embaga mu teka
15 eritagwawo. Enaku musanvu mulirya emigati
egitazimbulukuswa; era ne ku lunaku olwoluberye-
beryе muligyangamu ekizimbulukusa mu nyumba
zamwe : kubanga buli alya emigati egizimbulu-
kuswa okuva ku lunaku olwoluberyeberye okutusa
olunaku olwomusanvu, omwoyo ogwo gulisalibwa
16 ku Isiraeri. Era ku lunaku olwoluberyeberye
walibaberera okukung'ana okutukuvu, era ku
lunaku olwomusanvu okukung'ana okutukuvu ;
emirimu gyona gyona gireme okukolebwa mu
naku ezo, wabula gyeyetaga buli muntu okulya,
17 egyo gyoka kye kirungi okukolebwa mwe. Mulye-
kuma (embaga) eyemigati egitazimbulukuswa; ku-
banga ku lunaku luno lwe nyini lwenziyemu egye
lyamwe munsi Eyemisiri; kyemuliva mulwekuma
olunaku luno mu mirembe gyamwe gyona mu teka
18 eritagwawo. Mu (mwezi) ogwoluberyeberye ku lu-
naku olwekumi nenya olwomwezi olwegulo, mu-
lirya emigati egitazimbulukuswa, okutusa olunaku
19 olwamakumi abiri mu lumu olwegulo. Enaku

musanvu ekizimbulukusa tekirirabika mu nyumba zamwe: kubanga buli alya ekizimbulukuse, omwoyo ogwo gulisalibwa ku kibina kya Isiraeri, bwaliba munagwanga obanga nzalwa. Temulyanga ekizimbulukuse; mu bifo byamwe byona mulyanga emigati egitazimbulukuswa.

Musa nalyoka abaita abakade bona aba Isiraeri, nabagamba nti Mulonde mwetwalire abana benditiga ngenyumba zamwe bweziri, nemuta okuitako. Namwe mulitwala omuvumbo gwa ezobu nemunyika mu musai ogwomukibya, nemumansulira ku kabuno nemifubeto gyombi nomusai ogwomukibya; temufuluma omuntu yena mu mulyango ogwenyumbaye okutusa enkya. Kubanga Mukama aliita okukuba Abamisiri; awo bwaliraba omusai ku kabuno ne ku mifubeto gyombi, Mukama aliita ku mulyango, so talireka muzikiriza okuingira mu nyumba zamwe okubakuba. Era mulyekuma ekigambo ekyo ngeteka eri gwe neri abanabo eritagwawo. Awo bwemuliba mutuse munsi Mukama gyalibawa, nga bweyasubiza, mulyekuma okuwereza kuno. Awo olulituka abana bamwe bwebalibagamba nti Okuwereza kwamwe kuno amakulu ki? mulyogera nti Ye sadaka eyokuitako kwa Mukama eyaita ku nyumba zabana ba Isiraeri mu Misiri bweyabakuba Abamisiri naziwonya enyumba zafe. Abantu nebakutama nebasinza. Abana ba Isiraeri nebaenda nebakola bwebatyo; Mukama nga bweyalagira Musa ne Aloni, bwebatyo bwebakola.

Awo olwatuka mu tumbi Mukama nakuba abana ababeryeberye bona abomunsi Eyemisiri, okuva'ku muberyeberye wa Falao eyatula ku ntebe eyobwakabaka, okutuka ku muberyeberye owomusibe eyali mu komera; nemberyeberye zona ezebisibo. Falao nagolokoka ekiro, ye nabadube bona Nabamisiri bona; newaba okukaba okunene mu Misiri; kubanga tewali nyumba etafudemu muntu.

20 21 22 23 24 25 26 27 28 29 30

31 Nabaita Musa ne Aloni ekiro, nayogera nti Mugo-
lokoke muve mu bantu bange, mwe era nabana ba
Isiraeri; mugende, mumuwereze Mukama nga
32 bwemwayogera. Mutwale endiga era nente zamwe,
nga bwemwayogera, mugende; mumpe omukisa
33 nange. Nabamisiri nebabakubiriza abantu,
okubanguiriza okuva munsi; kubanga bayo-
34 gera nti Tufude fena. Abantu nebatwala obuta
bwabwe nga tebunaba kuzimbulukusibwa, ebibo
byabwe ebyokugoyeramu nga bisibidwa mu ngoye
35 zabwe ku bibegabega byabwe. Abana ba Isiraeri
nebakola ngekigambo kya Musa; nebasaba Aba-
misiri ebintu ebya feza nebintu ebya zabu, ne-
36 ngoye: Mukama nabawa abantu okwagalibwa mu
maso Gabamisiri, nebabawa byebasaba. Nebaba-
nyaga Abamisiri.

37 Abana ba Isiraeri nebatambula okuva mu Lamese
okutuka mu Sukosi, ngobusirivu mukaga abata-
38 mbula nebigere abasaja, era nabana. Era nekibina
ekyabanagwanga nebalinya wamu nabo; nendiga
39 nente, ebisibo bingi nyo. Nebokya emigati egi-
tazimbulukuswa nobuta bwebagya mu Misiri,
kubanga bwali nga tebunasibwamu ekizimbulu-
kusa; kubanga bagobebwa mu Misiri nga tebainza
kulwa, so bali tebanaba kwefumbira emere yona.
40 Nokutula kwabana ba Isiraeri, kwebatula mu
41 Misiri, gyali emyaka ebikumi bina mwasatu. Awo
olwatuka emyaka ebikumi bina mwasatu nga
giise, ku lunaku luli egye lyona erya Mukama
42 neriryoka liva mu Misiri. Kye kiro ekisanira
okukyekuma enyo eri Mukama okubafulumya
munsi Eyemisiri: ekyo kye kiro kiri ekya Muka-
ma ekisanira abana bona aba Isiraeri okukyeku-
ma enyo mu mirembe gyabwe gyona.

43 Mukama nabagamba Musa ne Aloni nti Lino lye
teka eryokuitako: munagwanga yena talyangako:
44 naye buli mudu womuntu agulibwa nebintu, bwo-
45 limala okumukomola, nalyoka alyako. Omugenyi

nomuwereza awebwa empera tebalyangako. Mu 46
nyumba emu mwenerirwanga; totwalanga bweru
wa nyumba ku nyama yayo; so temumenyanga
gumba lyayo. Ekibina kyona ekya Isiraeri baliku- 47
kwata. Era omunagwanga bwalisula ewuwo, nga- 48
yagala okwekuma okuitako eri Mukama, abasajabe
bona bakomolebwe, alyoke asembere akwekume;
alibera ngenzalwa: naye atakomolebwa yena
talyangako. Walimuberera eteka limu enza- 49
lwa nomugenyi asula omumwe. Bwebatyo 50
bwebakola abana ba Isiraeri bona; nga Mukama
bweyabalagira Musa ne Aloni, bwebatyo bwe-
bakola. Awo ku lunaku luli Mukama nalyoka 51
abagya abana ba Isiraeri munsi Eyemisiri mugye
lyabwe.

13

Mukama namugamba Musa, ngayogera nti 1
Onterekere abana ababeryeberye bona, buli agula 2
enda mu bana ba Isiraeri, oba wa muntu oba wa
nsolo: ye wange.

Musa nabagamba abantu nti Mujukiranga olu- 3
naku luno, lwemwaviramu mu Misiri, mu nyumba
eyobudu; kubanga mu manyi gomukono Mukama
mweyabagya mu kifo ekyo: tebalyanga ku migati
egizimbulukuswa. Ku lunaku luno bwemunavamu 4
mu mwezi ogwa Abibu. Awo olulituka Mukama 5
bwalikuleta munsi Yomukanani Neyomukiti Ne-
yomwamoli, Neyomukivi, Neyomuyebusi, gyeya-
balairira bajajabo okugikuwa, ensi ejude amata
nomubisi gwenjuki, olyekuma okuwereza kuno
mu mwezi guno. Enaku musanvu olirya emigati 6
egitazimbulukuswa, era ku lunaku olwomusanvu
walibera embaga eri Mukama. Emigati egitazi- 7
mubulukuswa giribwe mu naku ezo omusanvu; so
tegirirabika gyoli emigati egizimbulukuswa, so te-
kirirabika ekizimbulukusa gyoli, mu nsalozo zona.
Era olimugamba omwanawo olunaku luli, ngoyo- 8

gera nti Olwebigambo Mukama byeyankolera bwe-
9 nava mu Misiri. Era girikuberera akabonero
ku mukonogwo, era ekijukizo wakati wamaso-
go, amateka ga Mukama galyoke gabere mu ka-
mwako: kubanga mu mukono ogwamanyi Mu-
10 kama mweyakugya mu Misiri Kyova wekuma
eteka lino mu biro byalyo buli mwaka buli mwaka.
11 Awo olulituka Mukama bwalikuleta munsi Eyo-
mukanani, nga bweyakulairira gwe ne bajajabo,
12 bwaligikuwa, olimuterekera Mukama buli kigu-
landa, na buli kiberyeberye kyolina ekiva mu nso-
13 lo ; abasaja balibera ba Mukama. Era olinunula
buli mberyeberye yendogoi nomwana wendiga; era
obanga toyagala kuginunula, oligimenya obulago:
era ababeryeberye bona mu banabo olibanunula.
14 Awo omwanawo bwalikubuza mu biro ebirija nga-
yogera nti Kiki kino? olimugamba nti Mu
manyi agomukono Mukama mweyatugya mu Mi-
15 siri, mu nyumba eyobudu: awo olwatuka Falao
bwatatuleka wabula olwempaka, Mukama nata
ababeryeberye bona abomunsi Eyemisiri, ababery-
eberye ababantu, era nemberyeberye ezensolo: kye-
nva muwa Mukama buli kigulanda ekisaja,
okuba sadaka; naye ababeryeberye bona ababana
16 bange mbanunula. Nekyo kiribera akabonero
ku mukonogwo, nebitekebwa wakati wamasogo:
kubanga mu manyi agomukono Mukama mweya-
tugya mu Misiri.
17 Awo Falao ngamaze okubaleka abantu, Ka-
tonda natabatwala mu kubo eryensi Eryabafiri-
siti weriba okumpi; kubanga Katonda yayogera
nti Wozi abantu baleme okwenenya bwebaliraba
18 okulwana, baleme okuda Emisiri: naye Katonda
nabetoloza abantu mu kubo eryolukola ku mabali
Genyanja Emyufu: abana ba Isiraeri nebalinya nga
balina ebyokulwanyisa okuva munsi Eyemisiri.
19 Musa natwala amagumba ga Yusufu wamu naye:
kubanga yabalaiza dala abana ba Isiraeri, ngayo-

gera nti Katonda talirema kubajira; namwe mulitwala amagumba gange okuva wano wamu namwe.
Nebava mu Sukosi okutambula, nebasula mu Esamu ku nsalo yolukola. Mukama nagenda mu maso gabwe omusana mu mpagi eyekire okubakulembera, mu kubo; era ekiro mu mpagi eyomuliro, okubakira; balyoke batambule emisana nekiro: empagi eyekire omusana, nempagi eyomuliro ekiro, tezagwawo mu maso gabantu.

14

Mukama namugamba Musa, ngayogera nti Bagambe abana ba Isiraeri bade enyuma basule mu maso ga Pikakirosi, wakati wa Migidoli nenyanja, mu maso ga Baalizefoni: emitala weri mulisula ku mabali genyanja. Falao alibogerako abana ba Isiraeri nti Baziizibwa munsi, olukola lubasibye. Nange Falao ndimukakanyaza omutima, alibagoberera enyuma wabwe; nange ndyefunira ekitibwa ku Falao ne ku gyerye lyona; Nabamisiri balimanya nga nze Mukama. Bwebatyo bwebakola. Nebamugamba kabaka Wemisiri nti Abantu baduse: omutima gwa Falao nogwabadube negukyukira ku bantu, nebogera nti Kiki kino kyetukoze, okuleka Isiraeri obutatuwereza? Natekateka egaliye, nabatwala abantube wamu naye: natwala egali lukaga enonde, negali zona Ezemisiri, nabami okubera kwezo zona. Mukama nagukakanyaza omutima gwa Falao kabaka Wemisiri, nabagoberera abana ba Isiraeri: kubanga abana ba Isiraeri bafuluma nomukono gwebaimusa. Abamisiri nebabagoberera enyuma, embalasi zona negali zona eza Falao, nababe abebagala embalasi negyerye, nebabatukako nga basuze kumpi nenyanja, ku mabali ga Pikakirosi, mu maso ga Baalizefoni. Falao bweyasembera, abana ba Isiraeri nebaimusa amaso gabwe, laba, Abamisiri nga babagoberera enyuma wabwe: nebatya nyo:

11 abana ba Isiraeri nebamukabira Mukama. Neba-
mugamba Musa nti Kubanga tewali ntana mu
Misiri kyovude otuleta tufire mu lukola? Ki-
ki ekikutukozeza bwoti, okutugya mu Misiri?
12 Kino sikye kigambo kyetwakugambira mu Misiri,
nga twogera nti Tuleke tuwereze Abamisiri?
Kubanga kirungi okubawereza Abamisiri okusinga
13 okufira mu lukola. Musa nabagamba abantu nti
Temutya, muimirire buimirizi, mulyoke mulabe
obulokovu bwa Mukama bwanabakolera lero: ku-
banga Abamisiri bemulabye lero, temulibalaba
14 nate emirembe gyona. Mukama anabalwanirira,
namwe munasirika.
15 Mukama namugamba Musa nti Kiki ekikunka-
biza? Bagambe abana ba Isiraeri bagende mu
16 maso. Era imusa omugogwo, ogolole omukono-
gwo ku nyanja, ogyawulemu: nabana ba Isiraeri
17 banagenda wakati wenyanja ku lukalu. Nange,
laba, nze ndibakakanyaza emitima Abamisiri, bali-
ingira okubagoberera: nange ndyefunira ekitibwa
ku Falao, ne ku gyerye lyona, ku galize, ne ku
18 bantube abebagala. Abamisiri balimanya nga nze
Mukama bwendimala okwefunira ekitibwa ku Fa-
19 lao, ku galize, ne ku bantube abebagala. Malaika
wa Mukama, eyakulembera egye lya Isiraeri, nava
nada enyuma wabwe; empagi eyekire neva mu ma-
20 so gabwe, neimirira enyuma wabwe; neja (nebera)
wakati wegye Lyemisiri negye lya Isiraeri; newaba
ekire nekizikiza, naye nereta omusana ekiro: abo
21 nebatabasemberera bali ekiro kyona. Musa nago-
lola omukonogwe ku nyanja; Mukama nasindika
enyanja nomuyaga ogwamanyi ogwebuvanjuba
obude okukya, enyanja nagifula olukalu, ama'zi
22 negeyawulamu. Abana ba Isiraeri nebaingira wa-
kati wenyanja ku lukalu: ama'zi negababerera
ekisenge ku mukono ogwadyo ne ku gwa kono.
23 Abamisiri nebagoberera, nebaingira enyuma wa-
bwe wakati wenyanja, embalasi zona eza Falao,

egalize, nabantubc abebagala. Awo olwatuka mu 24
kisisimuka ekyenkya Mukama nabatunulira egye
Eryabamisiri mu mpagi eyomuliro nekire, nabe-
ralikiriza egye Eryabamisiri. Nagyako ebikondo 25
ebyegali zabwe, nebazigoba nga zizitowa: Abami-
siri nebogera nti Tuduke mu maso ga Isiraeri;
kubanga Mukama abalwanirira ku Bamisiri.

Mukama namugamba Musa nti Golola omuko- 26
nogwo ku nyanja, ama'zi gade ku Bamisiri, ku gali
zabwe ne ku bebagazi babwe. Musa nagolola 27
omukonogwe ku nyanja, enyanja neda mu manyi
gayo nga bukede; Abamisiri nebagiduka;
Mukama Abamisiri nabakunkumulira wakati mu
nyanja. Ama'zi negada, negasanikira egali, nabe- 28
bagazi, era negye lya Falao lyona abaingira mu
nyanja enyuma wabwe; tewasigala nomu mu-
bo. Naye abana ba Isiraeri nebatambula ku luka- 29
lu wakati mu nyanja; ama'zi negababerera eki-
senge ku mukono ogwadyo, nogwa kono. Bwatyo 30
Mukama nabalokola Isiraeri ku lunaku luli mu
mukono Gwabamisiri; Isiraeri nebabalaba Aba-
misiri nga bafude ku mabali genyanja. Isiraeri 31
nebalaba omulimu omunene Mukama gweyaba-
kola Abamisiri, abantu nebamutya Mukama; ne-
bamukiriza Mukama nomuduwe Musa.

15

Musa nabana ba Isiraeri nebalyoka bamuimbira 1
Mukama oluimba luno nebogera nti
Ndimuimbira Mukama, kubanga yawangulide
dala:
Embalasi nomwebagazi wayo yabisude mu
nyanja.
Mukama ge manyi gange, era lwe luimba lwa- 2
nge,
Anfukide obulokozi bwange:
Ono ye Katonda wange, nange ndimutende-
reza;

Ye Katonda wa kitange, nange ndimugulumiza.
3 Mukama ye muzira okulwana:
Mukama lye linyalye,
4 Egali za Falao negyerye yabisude mu nyanja:
Nabakungube beyalonda basanyewo mu Nyanja Emyufu.
5 Obuziba bubasanikide:
Base mu buziba ngejinja.
6 Omukonogwo ogwadyo, Mukama, gulina ekitibwa mu manyi,
Omukonogwo ogwadyo, Mukama, gumubetenta omulabe.
7 Era mu bukulu obwokusingakwo obasula abakulumba:
Otuma obusungubwo, nebubasiriza ngebisasiro.
8 Era nomuka ogwomunyindozo ama'zi negalinyisibwa,
Ebitaba nebiimirira entumo;
Obuziba nebukwata mu mutima ogwenyanja.
9 Omulabe nayogera nti
Nagoberera, natuka, nagereka omunyago:
Okwegomba kwange kunakusibwa kubo;
Nasowola ekitala kyange, omukono gwange gulibazikiriza.
10 Wakunsa omuyagagwo, enyanja nebasanikira:
Basanawo nga lisasi mu ma'zi agamanyi.
11 Ani afanana nga gwe, Mukama mu bakatonda?
Ani afanana nga gwe alina ekitibwa mu butukuvu,
Owentisa mu kutenderezebwa, akola amagero?
12 Wagolola omukonogwo ogwadyo,
Ensi nebamira.

Gwe mu kisakyo wabakulembera abantu be- 13
wanunula :
Nobaleta mu manyigo okutuka mu kifokyo
ekitukuvu.
Amawanga gawulira, negakankana : 14
Obulumi bwabakwata abatula mu Bufirisiti.
Abakungu abomu Edomu nebalyoka bewu- 15
nya ;
Abamanyi abomu Moabu, okukankana kuba-
kwata :
Abatula mu Bukanani bona bayenjebuka.
Okutekemuka nentisa bibagudeko ; 16
Mu bukulu obwomukonogwo batude ngeji-
nja ;
Okutusa abantubo lwebalisomoka, Mukama,
Okutusa abantu lwebalisomoka bewefunira.
Olibaingiza, olibasimba ku lusozi olwobusika- 17
bwo,
Ekifo kyewerongoseza, Mukama, okutula
omwo,
Awatukuvuwo, Mukama, emikonogyo wegya-
nyuweza.
Mukama alifuga emirembe nemirembe. 18
Kubanga embalasi za Falao neziingira wamu 19
negalize nabebagala mu nyanja, Mukama nazawo
ama'zi agomunyanja kubo ; naye abana ba
Isiraeri nebatambula ku lukalu wakati mu nyanja.
Miryamu, nabi, mwanyina wa Aloni, natwala ensa- 20
si mu mukonogwe ; abakazi bona nebava nebamu-
goberera nga balina ensasi nga bazina. Miryamu 21
nabadamu nti
Mumuimbire Mukama, kubanga yawangulide
dala ;
Embalasi nomwebagazi wayo yabisude mu
nyanja.
Musa natambuza Isiraeri okuva ku Nyanja 22
Emyufu, nebavamu nebatuka mu lukola lwa Su-
la; nebagenda enaku satu mu lukola, nebatalaba

23 ma'zi. Bwebatuka Emala, nebatainza kunywa ku
ma'zi ga Mala, kubanga gakawa: kyekyava kiiti-
24 bwa erinya lyakyo Mala. Abantu nebamwemu-
lugunyiza Musa, nga bogera nti Tunanywa ki?
25 Namukabira Mukama; Mukama namulaga omuti,
nagusula mu ma'zi, ama'zi negafuka amalungi.
Awo weyabalagirira eteka nempisa, nabakemera
26 awo; nayogera nti Obanga oliwulira nyo edobozi
lya Mukama Katondawo, nokola obutukirivu mu
masoge, nowulira amatekage, nokwata byalagira
byona, sirikutekako gwe endwade zona zenabateka-
ko Abamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya.
27 Nebatuka Erimu, awali ensulo zama'zi ekumi
nebiri, nenkindu ensanvu: nebasula awo awali
16 ama'zi. Nebava Erimu nga batambula, ekibina
kyona ekyabana ba Isiraeri nebatuka mu lukola
lwa Sini, oluli wakati wa Erimu ne Sinai, ku
lunaku olwekumi netano olwomwezi ogwokubiri
2 nga bamaze okuva munsi Eyemisiri. Ekibina
kyona ekyabana ba Isiraeri nebamwemulugunyiza
3 Musa ne Aloni mu lukola: abana ba Isiraeri nebe-
babagamba nti Wakiri twandifiride olwomukono
gwa Mukama munsi Eyemisiri, bwetwali tutude
awali entamu ezenyama, bwetwali tulya emere
nga tukuta; kubanga mwatufulumya mu lukola
4 luno, okuta ekibina kino kyona nenjala. Mukama
nalyoka amugamba Musa nti Laba, nditonyesa
emere okuva mu gulu kulwamwe; nabantu bali-
fuluma okukunganya ekitundu ekyolunaku buli
lunaku, ndyoke mbakeme nga balitambula mu
5 mateka gange oba tebalitambulamu. Awo olu-
natukanga ku lunaku olwomukaga banatekateka-
nga gyebaliingiza, era enesinganga emirundi ebiri
6 gyebakung'anya buli lunaku. Musa ne Aloni
nababagamba abana ba Isiraeri bona nti Olwegu-
lo bwemulimanya nga Mukama ye yabagya mu-
7 nsi Eyemisiri: era enkya bwemuliraba ekitibwa
kya Mukama; kubanga awulide okwemulugunya

kwamwe ku Mukama: nafe fe bani, nokwemulugunya nemwemulugunyiza fe? Musa na- 8
yogera nti (Kino kinabawo,) Mukama bwanabawa olwegulo enyama okulya, nenkya emere okukuta; kubanga Mukama awulide okwemulugunya kwamwe kwemumwemulugunyiza: nafe fe bani? Temwemulugunyiza fe, wabula Mukama. Musa na- 9
mugamba Aloni nti Bagambe ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nti Musembere mu maso ga Mukama: kubanga awulide okwemulugunya kwamwe. Awo, Aloni bweyali ngayogera nekibina kyona 10
ekyabana ba Isiraeri, nebatunulira mu lukola; laba, ekitibwa kya Mukama nekirabika mu kire. Mu- 11
kama namugamba Musa, ngayogera nti Mpulide 12
okwemulugunya kwabana ba Isiraeri: obagambe, ngoyogera nti Olwegulo munalya enyama, nenkya munakuta emere; namwe munamanya nga nze Mukama Katonda wamwe. Awo olwegulo obugu- 13
bi nebulyoka bulinya nebusanikira olusisira: enkya olufu nerugwa nerwetolola olusisira. Olufu 14
olwagwa bwerwagwako, laba, newabawo kungulu wolukola akantu akatono akekulungiride, akatono ngomusulo omukwafu oguba kunsi. Abana ba 15
Isiraeri bwebakiraba nebagambagana boka na boka nti Kiki kino? kubanga tebamanya bwekyali. Musa nabagamba nti Eyo ye mere Mukama gyabawade okulya. Ekyo kye kigambo kyalagide 16
Mukama nti Mukung'anyeko buli muntu nga bwalya; buli muntu komeri emu, ngomuwendo gwabantu bamwe bweguli, mulikitwala, buli muntu (alibatwalira) abomuwemaye. Abana ba 17
Isiraeri nebakola bwebatyo, nebakung'anya abalala nyingi, abalala ntono. Awo bwebageranga 18
mu komeri, eyakung'anya nyingi natafisawo, era eyakung'anya ntono natetaga; bakung'anya buli muntu nga bwalya. Musa nabagamba nti Omuntu 19
talekawo okutusa enkya. Naye Musa nebatanmu- 20
wulira; naye abamu mubo nebalekawo okutusa enkya, nezala envunyu, newunya: Musa naba-

21 kwatirwa obusungu. Nebakung'anya buli nkya,
buli muntu nga bwalya: era omusana bwegwaya-
22 kanga nekereketa. Awo olunaku olwomukaga
bwerwatukanga, nebakung'anya emirundi ebiri
emere, buli muntu komeri biri: abakulu bona
23 abekibina nebaja nebamugamba Musa. Naba-
gamba nti Ekyo Mukama kyeyayogera nti Enkya
kye kiwumulo ekikulu, Sabiti entukuvu eri Mu-
kama: mwokye byemwagala okwokya, mufumbe
byemwagala okufumba; yona esigalawo mwete-
24 rekere ensibo okutusa enkya. Nebeterekera oku-
tusa enkya, Musa nga bweyalagira: netewunya,
25 so nemutaba na nvunyu. Musa nayogera nti
Mulye eno lero; kubanga lero ye Sabiti eri
26 Mukama; lero temugirabe mu tale. Mukung'a-
nye mu naku mukaga; naye ku lunaku olwomu-
27 sanvu ye Sabiti, okwo teriberawo. Awo ku luna-
ku olwomusanvu nebagenda abamu ku bantu
28 okukung'anya, nebatagiraba. Mukama namuga-
mba Musa nti Mulitusa wa okugana okukwata
29 amateka gange nebiragiro byange? Mulabe, ku-
banga Mukama abawade Sabiti, kyava abawa ku
lunaku olwomukaga emere eyenaku ebiri; mutule
buli muntu mu kifokye, tavanga omuntu yena
30 mu kifokye ku lunaku olwomusanvu. Nebawu-
31 mulanga abantu ku lunaku olwomusanvu. E-
nyumba ya Isiraeri nebagiita erinya lyayo manu:
nefanana ngensigo za jada, enjeru; nobuwome-
revu bwayo bufanana ngemigati egyomubisi
32 gwenjuki. Musa nayogera nti Ekyo kye kiga-
mbo Mukama kyeyalagira, nti Komeri ejude ete-
rekerwe emirembe gyamwe; balyoke balabe emere
gyenabalisa mu lukola, bwenabagya munsi
33 Eyemisiri. Musa namugamba Aloni nti Twala
akatamu, ose munda komeri ejude manu, okateke
mu maso ga Mukama, ensibo yemirembe gyamwe.
34 Nga Mukama bweyamulagira Musa, bwatyo Aloni
nakateka mu maso gobujulirwa, okubera ensibo.

Abana ba Isiraeri nebalira manu emyaka amaku- 35
mi ana, okutusa lwebatuka munsi eyabantu ; nebalya manu okutuka mu nsalo ezensi ya Kanani.
Era komeri kye kitundu ekyekumi kya efa. 36

17

Ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nebatambula okuva mu lukola lwa Sini, mu bisulo byabwe, mu kiragiro kya Mukama, nebasula mu Lefiidimu ; songa tewali ma'zi abantu banywe. 1
Kyebava abantu bamuyombesa Musa, nebogera nti Tuwe ama'zi tunywe. Musa nabagamba nti Lwa ki okunyombesa nze? Lwa ki okumukema Mukama? 2
Abantu nebaba nenyonta eyo eyama'zi, abantu nebamwemulugunyiza Musa, nebogera nti Lwa ki watugya Emisiri, okututa fe nabana bafe nebisibo byafe nenyonta? 3
Musa namukabirira Mukama ngayogera nti Nabakola ntya abantu bano? babulako katono bankube amainja. 4
Mukama namugamba Musa nti Ita mu maso gabantu, otwale wamu nawe ku bakade ba Isiraeri ; nomugogwo, gwewakubya omuga, ogukwate mu mukonogwo, ogende. 5
Laba nze naimirira mu masogo eyo ku lwazi ku Kolebu ; nawe onokuba olwazi, ama'zi ganavamu, abantu banywe. Nakola bwatyo Musa mu maso gabakade ba Isiraeri. 6
Natuma ekifo erinya lyakyo Masa na Meriba, olwokuyomba kwabana ba Isiraeri, nokubanga bakema Mukama, nga bogera nti Mukama ali mufe nantiki? 7

Abamaleka nebaja, nebabalwanyisa Isiraeri mu Lefidimu. 8
Musa namugamba Yosuwa nti Otulondere abantu, ogende, olwane Nabamaleka : enkya naimirira ku ntiko yolusozi, omugo gwa Katonda nga guli mu mukono gwange. 9
Nakola bwatyo Yosuwa nga bweyamulagira Musa, nalwana Nabamaleka : Musa ne Aloni ne Kuli nebalinya ku ntiko yolusozi. 10
Awo olwatuka Musa bweyaimusa 11

omukonogwe, Isiraeri nagoba: bweyagusa omu-
12 konogwe, Abamaleka nebagoba. Naye emikono
gya Musa negitendewererwa; nebatwala ejinja
nebaliteka wansiwe, nalitulako; Aloni ne Kuli ne-
bawanirira emikonogye, omu eruwi nomu eruwi;
13 emikonogye neginyuwera okutusa enjuba okugwa.
14 Yosuwa namusula Amaleka nabantube nobwogi
bwekitala. Mukama namugamba Musanti Wa-
ndika ekyo mu kitabo okubera ekijukizo okibu-
lire Yosuwa mu matuge: nga ndisangulira dala
15 okujukirwa kwa Amaleka wansi wegulu. Musa
nazimba ekyoto, nakituma erinya lyakyo Yakuwa
16 bendera yange: nayogera nti Mukama alaide: Mu-
kama alirwana ne Amaleka emirembe nemirembe.

18

1 Yesero, kabona wa Midiani, mukodomi wa
Musa, nawulira byona Katonda byeyamukolera
Musa ne Isiraeri abantube, nti Mukama yagyamu
2 Isiraeri mu Misiri. Yesero, mukodomi wa Musa,
natwala Zipola, mukazi wa Musa, bweyamugoba ye
3 nabanabe babiri; erinya lyomu mubo Geresomu;
kubanga yayogera nti Nali mugenyi munsi etali
4 yange: nerinya eryomulala Erieza; kubanga
(yayogera nti) Katonda wa kitange yali mubezi
5 wange namponya mu kitala kya Falao: Yesero,
mukodomi wa Musa, naja nabanabe ne mukazi-
we eri Musa mu lukola eyo gyeyasula ku lusozi
6 lwa Katonda: namugamba Musa nti Nze muko-
domiwo Yesero nzize gyoli ne mukaziwo nabana-
7 be bombi wamu naye. Musa navayo okumusisi-
nkana mukodomiwe, nakutama, namunywegera;
nebabuzagana nti otyano?·nebaingira mu wema.
8 Musa namubulira mukodomiwe byona Mukama
byeyamukola Falao Nabamisiri kulwa Isiraeri,
emirimu gyona egyababerako mu kubo, era Muka-
9 ma bweyabawonya. Yesero nasanyuka kulwobu-
lungi bwona Mukama bweyabakola Isiraeri, kuba-

nga yabalokola mu mukono Gwabamisiri. Yesero 10
nayogera nti Yebazibwe Mukama eyabalokola mu
mukono Gwabamisiri, ne mu mukono gwa Falao ;
eyabalokola abantu mu mukono Gwabamisiri.
Kakano ntegede nti Mukama ye mukulu okusinga 11
bakatonda bona: wewawo mu kigambo mwebenyu-
miririza kubo. Yesero, mukodomi wa Musa, na- 12
twala ekiwebwayo ekyokebwa nesadaka eri Kato-
nda: Aloni naja, nabakade bona aba Isiraeri, balye
emere awamu ne mukodomi wa Musa mu maso
ga Katonda. Awo olwatuka enkya Musa natula 13
okubalamula abantu: abantu nebaimirira nga
betolode Musa okusoka enkya okutusa olwegulo.
Mukodomi wa Musa bweyalaba byona byeyakole- 14
ra abantu, nayogera nti Kiki kino kyokolera
abantu? Lwa ki okutula weka, nabantu bona
baimiride nga bakwetolode okusoka enkya okutusa
olwegulo? Musa namugamba mukodomiwe nti 15
Kubanga abantu baja gyendi okubuza Katonda:
bwebaba nekigambo, nebaja gyendi; nange mba- 16
salira omusango omuntu ne mune, nembategeza
amateka ga Katonda, nebiragirobye. Mukodomi 17
wa Musa namugamba nti Ekigambo kyokola si ki-
rungi. Tolirema kusirira gwe nabantu bano abali 18
awamu nawe: kubanga kigambo kizitowa okusi-
nga bwoinza gwe; toinza kukitukiriza weka. Ka- 19
kano wulira edobozi lyange, nakuteseza ebigambo,
Katonda abe nawe: obaberere abantu eri Katonda,
olete ensonga eri Katonda: nawe olibaigiriza 20
amateka nebiragiro, era olibalaga ekubo eribagwa-
nide okuitamu, nemirimu egibagwanide okukola.
Nate olabirire mu bantu bona abasaja abasana, 21
abatya Katonda, abamazima, abakyawa amagoba
agatali ga butukirivu; obakuze kubo, babe aba-
kulu benkumi, nabakulu bebikumi, nabakulu ba-
makumi atano, nabakulu bamakumi: babasalire 22
abantu omusango ebisera byona: awo buli nsonga
nene balikuletera gwe, naye buli nsonga ntono

baligiramula boka: bwekityo kiribera kyangu ku-
23 gwe, nabo balyetika wamu nawe. Bwolikola eki-
gambo ekyo, era Katonda bwalikulagira bwatyo,
nolyoka oinza okugumikiriza gwe, nabantu abo
bona baligenda mu kifo kyabwe mu mirembe.
24 Awo Musa nawulira edobozi lya mukodomiwe,
25 nakola byona byeyayogera. Musa nalonda aba-
saja abasanye mu Isiraeri yena, nabakuza ku
bantu, abakulu abenkumi, abakulu bebikumi, aba-
26 kulu bamakumi atano, nabakulu bamakumi. Ne-
babalamulanga abantu ebisera byona; ensonga
enzibu baziretera Musa, naye buli nsonga ntono
27 bagiramula boka. Musa nasibula mukodomiwe;
nagenda munsiye ye.

19

1 Mu mwezi ogwokusatu oluvanyuma abana ba
Isiraeri nga bamaze okuva munsi Eyemisiri, ku
2 lunaku luli nebatuka mu lukola lwa Sinai. Bwe-
bava mu Lefidimu nebatuka mu lukola lwa Sinai,
nebakuba ewema mu lukola; Isiraeri nasisira wali
3 mu maso golusozi. Musa nalinya eri Katonda,
Mukama namuita ngaima ku lusozi, ngayogera nti
Bwotyo bwolibagamba enyumba ya Yakobo, noba-
4 bulira abana ba Isiraeri nti Mwalaba byenabakola
Abamisiri, era bwenasitula mwe nebiwawatiro bye-
5 mpungu, era bwenabaleta gyendi. Kale, kakano,
bwemuliwulira edobozi lyange dala, nemukwata
endagano yange, bwemutyo muliba ekintu kyange
ekiganzi mwe mu mawanga gona: kubanga ensi
6 yona yange: namwe mulimberera obwakabaka
bwa bakabona, negwanga etukuvu. Bino bye bi-
7 gambo byolibabulira abana ba Isiraeri. Musa naja
nabaita abakade ababantu, nateka mu maso gabwe
ebigambo bino byona Mukama byeyamulagira.
8 Abantu bona nebadamu awamu nebogera nti
Byona byeyayogera Mukama tulibikola. Musa
naleta nate ebigambo byabantu eri Mukama.

Mukama namugamba Musa nti Laba, njija gyoli 9
mu kire ekizimbye, abantu bawulire bwenjogera
nawe, era bakukirize enaku zona. Musa namu-
bulira Mukama ebigambo ebyabantu. Mukama 10
namugamba Musa nti Genda eri abantu, obatu-
kuze lero ne jo, era bayoze engoye zabwe, beteke- 11
teke okutusa olunaku olwokusatu: kubanga ku
lunaku olwokusatu Mukama alika mu maso gaba-
ntu bona ku lusozi Sinai. Nawe olibatekera abantu 12
ensalo enjuwi zona, ngoyogera nti Mwekume,
muleme okulinya ku lusozi newakubade oku-
kwata ku nsalo yalwo: buli alikwata ku lusozi,
talirema kutibwa: omukono gwona guleme oku- 13
mukwatako, naye talirema kukubibwa mainja
oba kufumitwa; oba ensolo, oba muntu, taliba
mulamu: eng'ombe bwerivuga enyo, balisemberera
olusozi. Musa naka ngava mu lusozi (ngaja) eri 14
abantu, nabatukuza abantu; nebayoza engoye
zabwe. Nabagamba abantu nti Mwetekeretekere 15
olunaku olwokusatu: temusemberera mukazi.
Awo ku lunaku olwokusatu, bwebwakya enkya, 16
newaba okubwatuka nokumyansa, nekire ekizi-
mbye ku lusozi, nedobozi eryeng'ombe edene
enyo; awo abantu bona abali mu lusisira nebaka-
nkana. Musa nabaleta abantu okuva mu lusisira 17
basisinkane Katonda; nebaimirira wansi wolusozi.
Olusozi Sinai lwona nerunyoka omuka, kubanga 18
Mukama yalukirako mu muliro: omuka gwalwo
negunyoka ngomuka gwekikomi, olusozi lwona
nerukankana nyo. Edobozi lyeng'ombe bwerya- 19
vuga neryeyongera nyo, Musa nayogera, Katonda
namudamu nedobozi. Mukama naka ku lusozi 20
Sinai, ku ntiko yolusozi; Mukama namuita Musa
(okulinya) ku ntiko yolusozi; Musa nalinya.
Mukama namugamba Musa nti Serengeta, oba- 21
lagire abantu, baleme okuwaguza eri Mukama
okwekaliriza namaso, abantu bangi baleme oku-
bula mubo. Era ne bakabona abamusemberera 22

Mukama, betukuze, Mukama aleme okugwa kubo.
23 Musa namugamba Mukama nti Abantu tebainza
kulinya ku lusozi Sinai: kubanga watulagira,
ngoyogera nti Teka ensalo okwetolola olusozi,
24 era olutukuze. Mukama namugamba nti Genda,
oserengete; nawe olirinya, gwe ne Aloni wamu
nawe; nayeb akabona nabantu baleme okuwaguza
25 okulinya eri Mukama, aleme okugwa kubo. Awo
Musa naserengeta eri abantu, nababulira.

20

1 KATONDA nayogera ebigambo bino byona, nga-
yogera nti
2 Nze Mukama Katondawo, eyakugya munsi Eye-
misiri, mu nyumba eyobudu.
3 Tobanga na bakatonda balala wendi.
4 Tewekoleranga ekifananyi ekyole, newakubade
(ekifananyi) ekyekintu kyona kyona, ekiri wagulu
mu gulu, newakubade ekiri wansi ku taka, newa-
kubade ekiri mu ma'zi agali wansi wetaka: tobi-
5 vunamiranga ebyo, so tobiwerezanga: kubanga
nze Mukama Katondawo ndi Katonda wa bugya,
abiwalana ku bana ebibi bya bajaja babwe okutusa
ku mirembe egyokusatu negyokuna, egyabantu
6 abankyawa; era abadiramu abantu nga nkumi
nenkumi abanjagala, abakwata amateka gange.
7 Tolairiranga bwerere erinya lya Mukama Kato-
ndawo: kubanga mu maso ga Mukama omusango-
gulimusinga omuntu alairira obwerere erinyalye.
8 Jukira olunaku olwa Sabiti, okulutukuza.
9 Enaku omukaga okole emirimugyo gyona:
10 naye olunaku olwomusanvu ye Sabiti eri Mukama
Katondawo: (olunaku olwo) tolukolerangamu
mirimu gyona gyona; so nawe weka, newakubade
omwanawo omulenzi, newakubade muwalawo,
newakubade omuduwo, newakubade omuzanawo,
newakubade ebisolobyo, newakubade munagwa-

nga ali omumwo: kubanga mu naku omukaga 11
Mukama mweyakolera egulu nensi, enyanja, nebintu byona ebirimu, nawumulira ku lunaku olwomusanvu: Mukama kyeyava aluwa omukisa olunaku olwa Sabiti, nalutukuza.

Kitawo ne nyoko obasangamu ekitibwa: ena- 12
kuzo zibe nyingi kunsi gyakuwade Mukama Katondawo.

Totanga. 13

Toyendanga. 14

Tobanga. 15

Towairizanga muntu muno. 16

Tewegombanga enyumba ya muntu muno, te- 17
wegombanga mukazi wa muntu muno, newakubade omuduwe, newakubade omuzanawe, newakubade enteye, newakubade endogoiye, newakubade buli kintu ekya muntu muno.

Abantu bona nebalaba okubwatuka, nenjota, 18
nedobozi lyeng'ombe, nolusozi nga lunyoka omuka: abantu bwebalaba nebakankana, nebaimirira wala. Nebamugamba Musa nti Gwe yogera nafe, 19
bwetunawulira: naye Katonda aleme okwogera nafe, tuleme okufa. Musa nabagamba abantu nti 20
Temutya: kubanga Katonda aze okubakema, era entisaye ebere mu maso gamwe, muleme okwonona. Abantu nebaimirira wala, Musa nasembe- 21
rera ekizikiza ekikute Katonda gyali.

Mukama namugamba Musa nti Bwotyo bwoba- 22
gamba abana ba Isiraeri nti Mwe mweka mulabye nga nyimye mu gulu okwogera namwe. Temuko- 23
langa bakatonda balala wendi, bakatonda befeza, newakubade bakatonda bezabu, temubekoleranga. Ekyoto ekyetaka onkolere, oseko ebyo byowayo 24
ebyokebwa nebyo byowayo olwemirembe, endigazo nentezo: buli wantu wenjijukirizanga erinya lyange ndija gyoli nange ndikuwa omukisa. Era 25
bwolinkolera ekyoto ekyamainja, tokizimbyanga mainja agatemebwa: kubanga bwolikiimusako

26 ekyumakyo, ngokiretede obugwagwa. So tolinya-
nga ku kyoto kyange ku madala, oleme okukuna-
ma okwo.

21

1 Egyo gye misango gyoliteka mu maso gabwe.
2 Bwogulanga omudu Omweberaniya, awerezanga
emyaka mukaga: awo ogwomusanvu aligenda ne-
3 dembe bwerere. Obanga yaja omu, agendanga
omu: obanga alina omukazi, mukaziwe agenda-
4 nga naye. Mukamawe bwamuwanga omukazi
namuzalira abana abobulenzi oba abana abobu-
wala; omukazi nabanabe balibera ba mukamawe,
5 naye agendanga omu. Naye omudu bwayogerera-
nga dala nti Mwagala mukama wange, mukazi
wange, nabana bange; sagala kugenda nedembe:
6 awo mukamawe amuletanga eri Katonda, amule-
tanga ku lugi oba ku mufubeto; ne mukamawe
amuwumulanga okutu nolukato; alimuwereza
enaku zona.
7 Omuntu bwatundanga omuwalawe okubera
8 omuzana, tagendanga ngabaðu bwebagenda. Oba-
nga tamusanyusa mukamawe, eyamuwasa, amu-
lekanga okununulibwa: okumuguza banagwa-
9 nga taliragirwa, kubanga amulimbye. Obanga
amugabira omwanawe, amukolanga ngabawala.
10 Obanga awasa omulala; emereye, nengoyeze ne-
11 bigambobye ebyobugole tabikendezangako. Era
bwatamukoleranga ebyo byonsatule, aligenda
bwerere, awatali bintu.
12 Akubanga omuntu okumuta, talemanga kuti-
13 bwa. Era omuntu bwatateganga naye Katonda
amuteka mu mukonogwe; oyo ndikulagirira ekifo
14 kyalidukiramu. Omuntu bwajanga ngagira ekye-
jo ku mune, okumuta nolukwe; omugyanga mu
kyoto kyange, afe.
15 Akubanga kitawe oba nyina, talemanga kutibwa.

Abanga omuntu namutunda, oba bwalabikanga 16
mu mukonogwe, talemanga kutibwa.
Akolimiranga kitawe oba nyina, talemanga ku- 17
tibwa.
Era abantu bwebalwananga, omuntu omu naku- 18
ba mune ejinja oba kikonde, natafa naye namala
agalamizibwa ku kitanda: bwagolokokanga nava- 19
yo nasenvulira ku mugo, eyamukuba nga taziza
musango: naye amusasulanga olwokutulakwe, era
alimuwonyeza dala.
Era omuntu bwakubanga omuduwe oba muza- 20
nawe nomugo bwafanga (ngakyali) wansi womu-
konogwe; talemanga kubonerezebwa. Naye, 21
bwalwangawo ngenaku ebiri, tabonerezebwanga:
kubanga oli bye bintubye.
Era abantu bwebalwanalwananga, nebakola 22
obubi omukazi alina olubuto, olubuto neruvamu,
naye akabi kona nekatabawo: talemanga kuliwa,
nga ba womukazi bwalimusalira; aliriwa nga-
balamuzi bwebalagiranga. Naye akabi bwekaba- 23
ngawo, owangayo obulamu olwobulamu, eriso olwe- 24
riso, erinyo olwerinyo, omukono olwomukono,
ekigere olwekigere, okwokebwa olwokwokebwa, 25
ekiwundu olwekiwundu, okukubibwa olwokuku-
bibwa.
Era omuntu bwakubanga eriso lyomuduwe, oba 26
eriso lyomuzanawe naliziba; amuwanga edembe
olwerisolye. Omuntu bwakubanga erinyo lyo- 27
muduwe oba erinyo lyomuzanawe, amuwanga
edembe olwerinyolye.
Era ente bwetomeranga omusaja oba mukazi 28
okubata, ente teremanga kukubibwa mainja, so
nenyama yayo teribwanga; naye nanyini nte
nga taliko musango. Naye ente nga yamanyira 29
okutomeza amayembeeda, nanyiniyo nabulirwa
so natagisiba, naye bwetanga omusaja oba mukazi;
ente ekubibwanga amainja, era ne nanyiniyo ati-
bwanga. Bwebamusaliranga olufubanja, awanga- 30

yo ebintu byebamusalide byona okununula obula-
31 mubwe. Bwetomeranga omwana owobulenzi oba
omwana owobuwala, akolebwanga omusango ogwo.
32 Ente bwetomeranga omudu oba muzana; awangayo
eri mukama wabwe ebitundu ebyefeza amakumi
asatu, era nente ekubibwanga amainja.
33 Era omuntu bwabikulanga obunya oba omuntu
bwasimanga obunya natabubikako, ente oba endo-
34 goi negwamu, nanyini bunya amuliiranga omu-
wendo gwente; awangayo efeza eri nanyinizo,
(nekisolo) ekifude kiberanga kikye.
35 Era ente yomuntu bwetomeranga ente eyomu-
lala nemala egita; batundanga ente (ekyali) enamu,
nebagabana omuwendo gwayo; era nefude bagi-
36 gabananga. Oba bwekimanyibwanga nti ente
yamanyira okutomeza amayembe eda, nanyiniyo
natagisiba; talemanga kuliwa ente olwente, (neki-
solo) ekifude kiberanga kikye.

22

1 Omuntu bwabanga ente, oba endiga, namala
2 agita oba kugitunda; azangawo ente tano olwente,
nendiga nya olwendiga. Omubi bwalabibwanga
ngasima nakubibwa namala afa, tewabanga (mu-
3 sango) gwa musai kululwe. Oba enjuba bweba
ngevudeyo kuye, wabanga omusango ogwomusai
kululwe: kimugwanide okuliwa; obanga talina
4 kintu, atundibwanga olwokubakwe. Kyeyaba
bwekirabikanga mu mukonogwe (nga kikyali)
kiramu, oba nte, oba ndogoi, oba ndiga; azangawo
biri.
5 Omuntu bwalisanga olusuku oba nimiro yemiza-
bibu, bwagirekanga ensoloye nerya ku lusuku
olwomuntu omulala; aliwanga ku byolusukulwe
ebisinga, ne ku byenimiroye eyemizabibu ebisinga.
6 Omuliro bwegwakanga negulinya ku magwa,
emitwalo gyeng'ano oba eng'ano ngekyamera oba

nimiro nebimala bisirira; akumanga omuliro, talemanga kuliwa.

Omuntu bwamuteresanga mune efeza oba bintu, 7
nebamala babibira mu nyumbaye; omubi bwana-
labikanga aliwanga emirundi ebiri. Omubi bwata- 8
labikanga, nanyini nyumba asembereranga Kato-
nda, (okulaba) obanga teyateka mukonogwe ku
bintu bya mune. Kubanga buli kigambo ekyo- 9
kwonona, oba olwente, oba olwendogoi, oba olwe-
ndiga, oba olwengoye, oba olwa buli kibuze, omu-
ntu kyayogerako nti Kye kino, ensonga eyabo
bombi eretebwanga eri Katonda; oli Katonda
gwasaliranga omusango aliwanga emirundi ebiri.

Omuntu bwamuteresanga mune endogoi, oba 10
nte, ndiga, oba nsolo yona; nayo nemala efa, oba
kufafagana, oba kugobebwa nga tewali muntu ala-
ba: ekirairo kya Mukama kiberanga wakati wabwe 11
bombi, obanga teyateka mukonogwe ku bintu bya
mune; nanyiniyo akikirizanga, so taliwanga.
Naye bwebibwanga kuye, amuliiranga nanyini- 12
yo. Bwetagulwatagulwanga, agiretanga ebe omu- 13
julirwa; tamuliiranga olwetagudwa.

Era omuntu bwasabanga ekintu eri mune, ne- 14
kyononeka, oba nekifa, nga taliwo nanyinikyo,
talemanga kumuliira. Nanyinikyo bwabangawo, 15
tamuliiranga: bwekibanga ekyempera, nga kyaja
lwa mpera yakyo.

Era omuntu bwamusendasendanga omuwala 16
omuto atanayogerezebwa namala amwonona, tale-
manga kuliwa ebintu ebyokwogereza kululwe
alyoke abere mukaziwe. Kitawe bwaganiranga 17
dala okumumuwa, aliwanga ku muwendo ogwo-
kwogereza abawala abato.

Omukazi omulogo tomulekanga mulamu. 18

Buli asulanga nensolo, talemanga kutibwa. 19

Awangayo esadaka eri katonda yena, wabula 20
eri Mukama yeka, azikirizibwanga dala. Era 21
omunagwanga tomwononanga, so tomukolanga

bubi: kubanga mwali banagwanga munsi Eye-
22 misiri. Buli munamwandu ne mulekwa temuba-
23 bonyabonyanga. Bwonobabonyabonyanga na ka-
tono, bwebankabiranga nze, siremenga kuwulira
24 kukaba kwabwe; era obusungu bwange bulyaka
nyo, nange nabatanga nekitala; ne bakazi ba-
mwe baliba banamwandu, nabana bamwe bamu-
lekwa.
25 Bwomuwolanga buli omu mu bantu bange ali
nawe efeza nga mwavu, tomubereranga ngeyamu-
26 banja, so temumusaliranga magoba. Bwosingi-
rwanga ekyambalo kya muno, omudizangayo
27 enjuba nga tenagwa: kubanga ekyo kye kimubika
kyoka, kye kyambalokye ekyomubirigwe: anebi-
ka ki? awo, bwankabiranga, nawuliranga; kuba-
nga nina ekisa.
28 Tomuvumanga Katonda, so tomukolimiranga
29 omukulu wabantubo. Tolwanga kuwayo kŭ bu-
ngi obwebibalabyo nomwengegwo. Omuberyebe-
30 rye mu banabo omumpanga. Bwotyo bwono-
kolanga era nentezo, nendigazo: enaku musanvu
eberanga ne nyina wayo; ku lunaku olwomunana
31 ogimpanga nze. Era munabanga abantu abatu-
kuvu gyendi: kyemunavanga mulema okulya ku
nyama ensolo gyezise mu nsiko; mugisuliranga
embwa.

23

1 Tokirizanga kigambo kya bulimba: totekanga
mukonogwo awamu nabatali batukirivu okubera
2 omujulirwa owobulimba. Togobereranga bangi
okukola obubi; so toyogéranga mu nsonga okya-
3 me eri abangi okukyusa omusango: so tomusaliri-
zanga omwavu mu nsongaye.
4 Bwosanganga ente eyomulabewo oba ndogoiye
5 ngekyama, tolemanga kugimuletera nate. Bwo-
labanga endogoiye akukyaye ngegalamizibwa wa-

nsi womugugu gwayo, bwoyagalanga obutamubera, tolemanga kumubera.

Tokyusanga musangogwa mwavuwo mu nsonga- 6
ye. Webalamanga mu kigambo ekyobulimba; so 7
tomu'tanga atalina kabi nomutukirivu: kubanga
sirimufula omubi okuba omutukirivu. Era towe- 8
bwanga kirabo: kubanga ekirabo kibaziba amaso
abatunula, kikyusa ebigambo byabatukirivu. To- 9
mukolanga bubi omunagwanga: kubanga mwe-
mumanyi omutima gwomunagwanga, kubanga
mwali banagwanga munsi Eyemisiri.

Era emyaka mukaga osiganga ensiyo, noku- 10
ng'anyanga ebibala byayo: naye omwaka ogwo- 11
musanvu ogiwumuze ereme okubera nemirimu;
abavu ababantubo balyoke balye: gyebalekangawo
ensolo eyomunsiko egiryanga. Bwotyo bwoko-
langa olusukulwo olwemizabibu, nolwemizeituni.
Enaku omukaga kolanga emirimugyo, ne ku lu- 12
naku olwomusanvu wumulanga: enteyo nendogoi-
yo ziryoke ziwumule, nomwana owomuzanawo, ne
munagwanga bafune amanyi. Era mu bigambo- 13
byona byenabagamba, mwekumanga: so toyogera-
nga na katono erinya lya bakatonda abalala newa-
kubade okuwulikika mu kamwako.

Buli mwaka emirundi esatu onekumiranga 14
embaga. Embaga eyemigati egitazimbulukuswa 15
ogyekumanga: enaku musanvu olyanga egitazi-
mbulukuswa, nga bwenakulagira, mu biro ebya-
tekebwawo mu mwezi gwa Abibu [kubanga
mwogwo mwemwavira mu Misiri]; so temula-
bikanga busa mu maso gange nomu: era embaga 16
eyokunoga ebibala ebiberyeberye ebyemirimugyo,
byewasiga mu nimiro: era embaga eyokukungula
mu nkomerero yomwaka, bwokungulanga emiri-
mugyo mu nimiro. Buli mwaka emirundi esatu 17
abasajabo bona balabikanga mu maso ga Mukama
Katonda.

Towangayo musai gwa sadaka yange wamu 18

nemigati egizimbulukuswa ; so namasavu agembaga yange tegasigalangawo ekiro kyona okutuka
19 enkya. Ebiberyeberye ebyebisoka okubala ebyensiyo obiretanga mu nyumba ya Mukama Katondawo. Tofumbiranga omwana wembuzi mu
20 mata ga nyina wayo. Laba, ntuma malaika mu masogo, akukume
21 mu kubo, akulete mu kifo kyenatekateka. Mumutunulire, mumuwulire edobozirye ; temumusunguwaza ; kubanga talibasonyiwa okwonona kwamwe ; kubanga erinya lyange liri mundaye.
22 Naye bwoliwulirira dala edobozirye, nokola byona byenjogera ; bwekityo ndibaberera omu-
23 labe abalabebo, ndibaziiza abakuziiza. Kubanga malaika wange alikulembera mu masogo, alikuingiza eri Omwamoli, neri Omukiti, neri Omuperizi, neri Omukanani, neri Omukivi, neri Omu-
24 yebusi : nange ndibazikiriza. Tovunamiranga bakatonda babwe, so tobawerezanga, so tokolanga mu bikolwa byabwe : naye olibasulira dala, era
25 olimenyamenya empagi zabwe. Era mulimuwereza Mukama Katonda wamwe, naye aligiwa omukisa emereyo nama'zigo ; nange ndigyawo endwade
26 wakati wamwe. Tewaliba kirivamu olubuto, newakubade ekigumba, mu nsiyo : omuwendo gwe-
27 nakuzo ndigutukiriza. Ndisindika entisa yange mu masogo, ndibateganya abantu bona bolitukako, ndikukyusiza amabega gabwe abalabebo
28 bona. Era ndisindika enumba mu masogo, eribagoba Omukivi, Nomukanani, Nomukiti, mu
29 masogo. Siribagoba mu masogo mu mwaka ogumu ; ensi ereme okuzika, so nensolo eyomu-
30 nsiko ereme okweyongera kugwe. Katono katono ndibagoba mu masogo, okutusa lwolyeyo-
31 ngera, nosikira ensi. Era ndisawo ensaloyo okuva ku Nyanja Emyufu okutuka ku nyanja Eyabafirisiti, nokuva mu lukola okutuka ku Muga : kubanga ndiwayo mu mukono gwamwe abatude mu-

nsi ; nawe olibagoba mu masogo. Tolagananga 32
ndagano nabo, so ne bakatonda babwe. Tebatula- 33
nga munsiyo, baleme okukwononya kunze : ku-
banga bwoliwereza bakatonda babwe, tekirirema
kukuberera kyambika.

24

Namugamba Musa nti Linya eri Mukama, gwe 1
ne Aloni, Nadabu, ne Abiku, nensanvu eyabakade
ba Isiraeri ; era musinzize ewala : Musa yeka ase- 2
mberere Mukama; naye bo baleme okusembera; so
abantu baleme okulinya awamu naye. Musa naja 3
nabagamba abantu ebigambo byona ebya Mukama,
nemisango gyona : abantu bona nebadamu nedo-
bozi limu, nebogera nti Ebigambo byona Mukama
byayogede tulibikola. Musa nawandika ebigambo 4
byona ebya Mukama, nagolokoka enkya mu ma-
kya, nazimba ekyoto wanzi wolusozi, nempagi
kumi na biri, ngebika ekumi nebibiri ebya Isiraeri.
Natuma abavubuka ababana ba Isiraeri, nebokya 5
ebyokwokya, nebawayo ebiwebwayo olwemirembe
ebyente eri Mukama. Musa natwala ekitundu 6
kyomusai, nakifuka mu bibya ; nekitundu kyo-
musai nakimansira ku kyoto. Natola ekitabo ekye- 7
ndagano, nasoma mu matu gabantu : nebogera nti
Byona Mukama byayogede tulibikola, era tuliwu-
lira. Musa natola omusai, nagumansira ku bantu, 8
nayogera nti Laba omusai ogwendagano, Mukama
gyalaganye namwe mu bigambo bino byona. Musa 9
nalyoka alinya, ne Aloni, Nadabu, ne Abiku, ne-
nsanvu eyabakade ba Isiraeri: nebamulaba Kato- 10
nda wa Isiraeri ; ne wansi webigerebye newaba
ngomulimu ogwamainja amālire aga safiro, agafa-
nana ngegulu lye nyini okutangala. So ku baku- 11
ngu babana ba Isiraeri natatekako mukonogwe :
nebamulaba Katonda, nebalya nebanywa.
Mukama namugamba Musa nti Linya gyendi 12

ku lusozi, obereyo : nange ndikuwa ebipande bya-
mainja, namateka nekiragiro, byempandise, obi-
13 igirize. Musa nagolokoka ne Yosuwa omuwereza-
14 we : Musa nalinya ku lusozi lwa Katonda. Naba-
gamba abakade nti Mutulindirire wano, okutusa
lwetulibajira nate : ne Aloni ne Kuli, laba, bali
wamu namwe : buli alina ensonga, asemberere bo.
15 Musa nalinya ku lusozi, ekire nekibika olusozi.
16 Ekitibwa kya Mukama nekibera ku lusozi Sinai,
ekire nekirubikira enaku mukaga : ku lunaku
olwomusanvu namuita Musa ngaima wakati we-
17 kire. Ekifananyi kyekitibwa kya Mukama nekiba
ngomuliro ogwaka ku ntiko yolusozi mu maso
18 gabana ba Isiraeri. Musa naingira wakati mu
kire, nalinya ku lusozi : Musa namala ku lusozi
enaku amakumi ana emisana nekiro.

25

1 Mukama namugamba Musa nti Babulire abana
2 ba Isiraeri bantwalire ekiwebwayo: eri buli muntu
omutimagwe gwegwagaza mulitwala ekiwebwayo
3 kyange. Kino kye kiwebwayo kyemulibatwalako;
4 zabu, nefeza, nekikomo; nolugoye lwa kaniki,
nolwefulungu, nolumyufu, ne bafuta, (nebyoya)
5 byembuzi ; namaliba gendiga amanyike amamyu-
6 fu, namaliba geng'onge, nomuti gwa sita ; amafuta
getabaza, nebyakalosa ebyamafuta agokufukako,
7 nebyakalosa ebyokunyokeza ; amainja aga onuku,
namainja agokutona, okubera ku kanzu ne ku
8 kyomukifuba. Era bankolere awatukuvu ; ndyo-
9 ke ntule wakati wabwe. Nga byona byenkulaga,
engeri eyewema, nengeri eyebintu byayo byona,
bwemutyo bwemulikola.
10 Era balikola esanduke eyomuti gwa sita : emi-
kono ebiri nekitundu obuwanvu bwayo, era omu-
kono nekitundu obugazi bwayo, era omukono ne-
11 kitundu obugulumivu bwayo. Era oligibikako

zabu enungi, munda ne kungulu oligibikako, era olikola kuyo engule eya zabu okwetolola. Era 12
oligifumbira empeta nya eza zabu, noteka mu magulu gayo ana ; nempeta biri ziriba ku lubirizi lumu, nempeta biri ziriba ku lubirizi olwokubiri. Era olikola emisituliro egyomuti gwa sita, oligibi- 13
kako zabu. Era oligiingiza emisituliro mu mpeta 14
ku mbirizi ezesanduke, esitulibwe negyo. Emisi- 15
tuliro giribera mu mpeta ezesanduke : tegigyibwangamu. Era oliteka mu sanduke obujulizi 16
bwendikuwa. Era olikola entebe eyokusasira ne 17
zabu enungi : emikono ebiri nekitundu obuwanvu bwayo, era omukono nekitundu obugazi bwayo. Era olikola bakerubi babiri aba zabu ; neyawese- 18
bwa olibakola, ku nsonda biri ezentebe eyokusasira. Era kola kerubi omu ku nsonda eyo, ne 19
kerubi owokubiri ku nsonda eyo : ba zabu emu nentebe eyokusasira bwemulikola bakerubi (babiri) ku nsonda ebiri zayo. Era bakerubi baligologa 20
ebiwawatiro byabwe wagulu, nga bayanjala ku ntebe eyokusasira ebiwawatiro byabwe, nga balabagana amaso gabwe ; amaso ga bakerubi galitunulira entebe eyokusasira. Era oliteka entebe eyo- 21
kusasira wagulu ku sanduke ; era mu sanduke mwoliteka obujulizi bwendikuwa. Era okwo 22
kwenalabaganiranga nawe, nange nanyumyanga nawe okuima wagulu ku ntebe eyokusasira, wakati wa bakerubi ababiri abali ku sanduke eyobujulizi, ku byona byenakulagiranga eri abana ba Isiraeri.

Era olikola emeza eyomuti gwa sita : emikono 23
ebiri obuwanvu bwayo, nomukono obugazi bwayo, nomukono nekitundu obugulumivu bwayo. Era 24
oligibikako zabu enungi, era oligikolera engule eya zabu okwetolola. Era oligikolako olukugiro 25
olwoluta okwetolola, era olirukolako olukugiro lwayo engule eya zabu okwetolola. Era oligiko- 26
lera empeta nya eza zabu, noziteka empeta ku

27 nsonda enya eziri ku magulu gayo ana. Kumpi
nolukugiro weziriba empeta, zibere ebifo byemi-
28 situliro egyokusitula emeza. Era olikola emisitu-
liro nomuti gwa sita, era oligibikako zabu, emeza
29 esitulibwenga negyo. Era olikola sawani zayo,
nobukai bwayo, nensuwa zayo, nebibya byayo,
30 okufuka: ne zabu enungi olibikola. Era oliwayo
ku meza emigati egyokulaga mu maso gange
bulijo.
31 Era olikola ekikondo ne zabu enungi: ekikondo
kirikolebwa neyawesebwa, entobo yakyo, nomu-
konda gwakyo; endeku zakyo, nemitwe gwakyo,
nebimuli byakyo, biribera bya zabu emu na-
32 kyo: namatabi mukaga galiva mu mbirizi zakyo;
amatabi asatu agekikondo mu lubirizi lwakyo
lumu, namatabi asatu agekikondo mu lubirizi
33 lwakyo olwokubiri: endeku satu ezifanana nge-
bimuli bya kaluwa mu tabi limu, omutwe neki-
muli; nendeku satu ezifanana ngebimuli bya
kaluwa mu tabi eryokubiri, omutwe nekimuli:
bwekityo mu matabi mukaga agava ku kikondo;
34 ne mu kikondo endeku nya ezifanana ngebimuli
bya kaluwa, emitwe gyakyo, nebimuli byakyo:
35 nomutwe (gube) wansi wamatabi abiri agali ga
zabu emu nagwo, nomutwe wansi wamatabi
abiri agali ga zabu emu nagwo, nomutwe wansi
wamatabi abiri agali ga zabu emu nagwo, mu
36 matabi omukaga agava ku kikondo. Emitwe
gyago namatabi gyago biribera bya zabu emu
nakyo: kyona kiribera ekyawesebwa ekya zabu
37 enungi ekimu. Era olikola ebyetabaza byakyo,
omusanvu: era banakolezanga ebyetabaza byakyo,
38 okwakira mu maso gakyo. Ne magalo wakyo,
ne sawani zakyo ezebisiriza, biribera bya zabu
39 enungi. Ne talanta eya zabu enungi bwekiriko-
40 lebwa, nebintu ebyo byona. Era wekume obikole
mu ngeri yabyo gyewalagibwa ku lusozi.

26

ERA olikola ewema namagigi kumi; ne bafuta 1
erangidwa, ne kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bakerubi omulimu ogwomukozi owamagezi oligakola. Obuwanvu bwa buli gigi bulibera emikono amakumi abiri mu munana, nobugazi bwa buli gigi emikono ena; amagigi gona galibera ga kigero kimu. Amagigi atano galigatibwa goka na goka; namagigi atano galigatibwa goka na goka. Era olikola eng'ango eza kaniki ku lukugiro lwegigi erimu okuva mu nsonda eyamagate; era bwotyo bwolikola ku lukugiro lwegigi eryokumabali gamagate agokubiri. Olikola eng'ango amakumi atano ku gigi limu, era olikola eng'ango amakumi atano ku lukugiro lwegigi eryomumagate agokubiri; eng'ango zirirabagana zoka na zoka. Era olikola ebikwaso amakumi atano ebya zabu, ogate amagigi goka na goka nebikwaso: ewema eribera emu. Era olikola amagigi (agebyoya) byembuzi okubera ewema ku wema: oligakola amagigi kumi na limu. Obuwanvu bwa buli gigi bulibera emikono amakumi asatu, nobugazi bwa buli gigi emikono ena: amagigi kumi na limu galibera ga kigero kimu. Era oligata amagigi atano goka, namagigi omukaga goka, era olifunyamu egigi eryomukaga mu maso gewema. Era olikola eng'ango amakumi atano ku lukugiro lwegigi limu eryokumabali gamagate, neng'ango amakumi atano ku lukugiro lwegigi eryokumabali gamagate agokubiri. Era olikola ebikwaso amakumi atano ebyebikomo, olitekamu ebikwaso mu ng'ango, oligata ewema, ebere emu. Nekitundu ekyamagigi gewema ekifikawo ekirebeta, ekitundu kimu ekyegigi ekifikawo, kirirebeta ku mabega gewema. Nomukono ogwokuluwi luno, nomukono ogwokuluwi luli, ogufikawo mu buwanvu bwama-

gigi gewema, gulirebeta ku mbirizi zewema eruwi
14 neruwi, okugibika. Era olikola ekyokubika ku
wema namaliba gendiga eza sedume amanyike
amamyufu, ne kungulu ekyokugibikako ekyama-
liba geng'onge.
15 Era olikola embawo ezewema ezomuti gwa sita,
16 ziimirire. Emikono kumi bwebulibera obuwa-
nvu bwolubawo, nomukono nekitundu bwebuli-
17 bera obugazi bwa buli lubawo. Mu buli lubawo
mulibera enimi biri, ezigatibwa zoka na zoka:
18 bwotyo bwolikola ku mbawo zona ezewema. Era
olikola embawo ezewema, embawo amakumi abiri
ezoluwi lwobukika obwadyo mu bukika obwadyo.
19 Era olikola ebinya ebya feza amakumi ana wansi
wembawo amakumi abiri; ebinya bibiri wansi
wolubawo lumu ebyenimi zalwo ebiri, nebinya
bibiri wansi wolubawo olulala ebyenimi zalwo
20 ebiri: era ezoluwi olwokubiri olwewema, ku luwi
lwobukika obwa kono, embawo amakumi abiri:
21 nebinya byazo ebya feza amakumi ana; ebinya
bibiri wansi wolubawo lumu, nebinya bibiri wansi
22 wolubawo olulala. Nezoluwi lwewema olwama-
bega, mu bugwanjuba, olikola embawo mukaga.
23 Era olikola embawo biri ezensonda ezewema ku
24 luwi olwamabega. Ziriba biri biri wansi, bwezityo
bweziriba enamba wagulu wazo okutuka empeta
emu: bwezityo bweziriba zombi; ziribera ezenso-
25 nda ebiri. Era waliba embawo munana, nebinya
byazo ebya feza, ebinya kumi na mukaga; ebinya
ebibiri wansi wolubawo lumu, nebinya bibiri wansi
26 wolubawo olulala. Era olikola emiti egyomuti gwa
sita; etano egyembawo ezoluwi olumu olwewema,
27 nemiti etano egyembawo ezoluwi olwokubiri olwe-
wema, nemiti etano egyembawo ezoluwi olwewema,
28 ku luwi olwamabega, olwebugwanjuba. Nomuti
ogwa wakati wembawo guitemu eruwi neruwi.
29 Nembawo olizibikako zabu, era olikola empeta
zazo za zabu omwokutekera emiti: nemiti oligibi-

kako zabu. Era olizimba ewema mu ngeri yayo 30
gyewaligibwa ku lusozi.

Era olikola egigi erya kaniki, neryolugoye olwe- 31
fulungu, neryolumyufu, nerya bafuta enungi era-
ngidwa: ne bakerubi omulimu ogwabakozi aba-
magezi bweririkolebwa: era oliriwanikaku mpagi 32
nya ezomuti gwa sita ezibikidwako zabu, ebikwaso
byazo (biribera) bya zabu, ku binya bina ebya feza.
Era oliwanika egigi wansi webikwaso, nesanduke 33
eyobujulizi oligiingiza eri munda wegigi: negigi
liryawulamu eri mwe awatukuvu nawasinga obu-
tukuvu. Era oliteka entebe eyokusasira ku sandu- 34
ke eyobujulizi mu wasinga obutukuvu. Nemeza 35
oligiteka ebweru wegigi, nekikondo mu maso ge-
meza ku luwi olwewema olwobukika obwadyo:
nemeza oligiteka ku luwi olwobukika obwa kono.
Era olikola olugi olwomulyango ogwewema, olwa 36
kaniki, nolwefulungu, nolumyufu, ne bafuta era-
ngidwa, omulimu ogwomudaliza. Era olikola 37
empagi tano ezomuti gwa sita ezolugi, olizibikako
zabu; ebikwaso byazo biribera bya zabu: era
olizifumbira ebinya bitano ebyekikomo.

27

Era olikola ekyoto nomuti gwa sita, emikono 1
etano obuwanvu, nemikono etano obugazi; ekyoto
kiryenkanankana: nobugulumivu bulibera emi-
kono esatu. Era olikola amayembe gakyo ku nso- 2
nda zakyo enya: amayembe gakyo galibera ga
muti gumu nakyo: era olikibikako ekikomo. Era 3
olikola entamu zakyo ezokutwaliramu evu lyakyo,
nobukai bwakyo, nebibya byakyo, nebyokukwasa
enyama byakyo, nemumbiro zakyo: ebintu bya-
kyo byona olibikola bya bikomo. Era olikikolera 4
ekitindiro ekyekikomo ekirukibwa; ne ku kiru-
kidwa olikolako empeta nya ezebikomo ku nsonda

5 zakyo enya. Era olikiteka wansi womuziziko
ogwetolola ekyoto wansi, ekirukidwa kituke wa-
6 kati mu bugulumivu obwekyoto. Era olikola
emisituliro egyekyoto, emisituliro gyomuti gwa
7 sita, oligibikako ebikomo. Nemisituliro gyakyo
giriingizibwa mu mpeta, nemisituliro giribera ku
8 mbirizi zekyoto zombi, okukisitula. Olikikola
nembawo nga kirina ebanga munda: nga bwe-
walagirirwa ku lusozi, bwebatyo bwebalikikola.
9 Era olikola olugya lwewema: ebyoluwi olwo-
bukika obwadyo mu bukika obwadyo walibera
ebitimbibwa ebyolugya ebya bafuta erangidwa
10 emikono kikumi obuwanvu oluwi olumu: nempagi
zalwo ziribera amakumi abiri, nebinya byazo
amakumi abiri, ebyebikomo; ebikwaso byempagi
11 nemiziziko gyazo bya feza. Era bwebityo ebyo-
luwi olwobukika obwa kono walibera ebitimbibwe-
mikono kikumi obuwanvu, nempagi zalwo ama-
kumi abiri, nebinya byazo amakumi abiri, ebyea
bikomo; ebikwaso byempagi nemiziziko gyazo
12 bya feza. Era ebyobugazi bwolugya ku luwi
olwebugwanjuba walibera ebitimbibwa ebyemi-
kono amakumi atano: empagi zabyo kumi, nebi-
13 nya byazo kumi. Nobugazi bwolugya ku luwi
olwebuvanjuba mu buvanjuba bulibera emikono
14 amakumi atano. Ebitimbibwa ebyoluwi olumu
(olwomulyango) biribera emikono kumi netano:
15 empagi zabyo satu, nebinya byazo bisatu. Era
ebyoluwi olwokubiri walibera ebitimbibwa ebye-
mikono kumi netano: empagi zabyo satu, nebinya
16 byazo bisatu. Era olwomulyango ogwolugya
walibera olugi olwemikono amakumi abiri, olwa
kaniki, (nolugoye) olwefulungu, nolumyufu, ne ba-
futa erangidwa, omulimu gwomudaliza: empagi
17 zazo nya, nebinya byazo bina. Empagi zona ezo-
lugya ezetolode ziriberako emiziziko egya feza;
ebikwaso byazo bya feza, nebinya byazo bya biko-
18 mo. Obuwanvu obwolugya bulibera emikono ki-

kumi, nobugazi amakumi atano wona wona, nobugulumivu emikono etano, obwa bafuta enungi erangidwa, nebinya byazo bya bikomo. Ebintu 19
byona ebyomuwema mu mulimu gwayo gwona, neninga zayo zona, neninga zona ezolugya, biribera bya bikomo.

Era oliragira abana ba Isiraeri bakuletere ama- 20
futa amalungi agomuzeituni agakubibwa agetabaza, okwasa etabaza bulijo. Mu wema eyokusisi- 21
nkaniramu, ebweru wegigi eriri mu maso gobujulizi, Aloni nabanabe banagirongosanga okuva olwegulo okutusa enkya mu maso ga Mukama: liriba teka enaku zona mu mirembe gyabwe gyona kulwabana ba Isiraeri.

28

Era wesembereze gyoli Aloni mugandawo, na- 1
banabe wamu naye, mu bana ba Isiraeri, ampereze mu bwakabona, Aloni, Nadabu, ne Abiku, Ereazali ne Isamala, abana ba Aloni. Era olimu- 2
kolera Aloni mugandawo ebyambalo ebitukuvu olwekitibwa nolwobulungi. Era olibagamba bona 3
abalina omutima ogwamagezi, benajuza omwoyo ogwamagezi, bakole ebyambalo ebya Aloni okumutukuza, ampereze mu bwakabona. Bino bye 4
byambalo byebalikola; ekyomukifuba, nekanzu, nomunagiro, nekizibawo ekyakatimba, ekiremba, nolukoba: era balibakolera ebyambalo ebitukuvu Aloni mugandawo, nabanabe, ampereze mu bwakabona. Era balitwala ezabu eyo, ne kaniki, nolu- 5
goye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta.

Era balikola ekanzu ne zabu, ne kaniki, nolu- 6
goye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta erangidwa, omulimu gwomukozi owamagezi. Eriberako 7
ebyokubibegabega bibiri ebigatidwa ku nkomerero zayo ebiri; egatibwe wamu. Nolukoba olulangi- 8
dwa namagezi, oluli kuyo okugisiba, lulyenkana-

nkana nomulimu gwayo, lwa lugoye lumu; olwa zabu, olwa kaniki, nolugoye olwefulungu, nolu-
9 myufu, ne bafuta erangidwa. Era olitwala amainja abiri aga onuku, noyolako amanya gabana ba
10 Isiraeri: amanya gabwe mukaga ku jinja erimu, namanya gabwe mukaga abasigadeyo ku jinja
11 eryokubiri, nga bwebazalibwa. Mu mulimu gwomusazi wamainja, ngokuyola okwokukabonero, bwolyola amainja abiri, ngamanya gabana ba
12 Isiraeri: oligetoloza amapesa aga zabu. Era oliteka amainja abiri ku byokubibegabega ebyekanzu, okuba amainja agokujukiza eri abana ba Isiraeri: era Aloni alisitula amanya gabwe mu maso ga Mukama ku bibegabegabye ebibiri ngekijukizo.
13 Era olikola amapesa aga zabu: nobujegere bu-
14 biri obwa zabu enungi; ngemigwa bwolibukola, mu mulimu ogulangibwa: era olisiba obuje-
15 gere obulangidwa ku mapesa. Era olikola ekyomukifuba ekyomusango, omulimu ogwomukozi owamagezi: ngomulimu ogwekanzu bwolikikola; ekya zabu, ekya kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta erangidwa, bwoli-
16 kikola. Kiryenkanankana enjuwi zona, ekifunyemu; kiribera luta obuwanvu bwakyo, noluta obu-
17 gazi bwakyo. Era olikitonamu amainja agokutona, enyiriri nya ezamainja: olunyiriri olwa sadio, topazi, ne kabunkulo lwe lulibera olunyiriri olwo-
18 luberyeberye; nolunyiriri olwokubiri lya nawa-
19 ndagala, safiro, ne alimasi; nolunyiriri olwokusatu
20 yakinso, ne sebu, ne amesusito; nolunyiriri olwokuna berulo, ne onuku, ne yasipero: galyetoloze-
21 bwa zabu wegatonebwa. Namainja galibera ngamanya gabana ba Isiraeri; ekumi nabiri, ngamanya gabwe; ngokuyola okwokukabonero, buli muntu ngerinyalye, galibiberera ebika ekumi
22 nebibiri. Era olikola ku kyomukifuba obujegere ngemigwa, obwomulimu ogulangibwa ogwa zabu

enungi. Era olikola ku kyomukifuba empeta 23
biri eza zabu, noziteka empeta ebiri ku nsonda
ebiri ezekyomukifuba. Era oliteka obujegere bu- 24
biri obulangibwa obwa zabu ku mpeta ebiri ku
nsonda ezekyomukifuba. Nenkomerero ebiri 25
(endala) ezobujegere obulangibwa obubiri oliziteka
ku mapesa abiri, nogateka ku byokubibegabega
ebyekanzu, ku luwi lwayo olwomumaso. Era 26
olikola empeta biri eza zabu, noziteka ku nsonda
zombi ezekyomukifuba; ku mabali gakyo agali
ku luwi olwekanzu munda. Era olikola empeta 27
biri eza zabu, noziteka ku byokubibegabega ebibiri
ebyekanzu wansinsi, ku luwi lwayo olwomumaso,
kumpi nolukindo lwayo, wagulu wolukoba olwe-
kanzu olulangibwa namagezi. Era balisiba ekyo- 28
mukifuba nempeta zakyo nempeta ezekanzu naka-
goye aka kaniki, kibere ku lukoba olwekanzu olu-
langibwa namagezi, era ekyomukifuba kireme
okusumululwanga ku kanzu. Era Aloni anasitu- 29
langa amanya gabana ba Isiraeri mu kyomukifu-
ba ekyomusango ku mutimagwe, bwanaingiranga
mu watukuvu, olwokujukiza mu maso ga Mukama
enaku zona. Era oliteka mu kyomukifuba ekyo- 30
musango Ulimu ne Sumimu; era binabanga ku
mutima gwa Aloni, bwanaingiranga mu maso ga
Mukama: ne Aloni anasitulanga omusango gwa-
bana ba Isiraeri ku mutimagwe mu maso ga Mu-
kama enaku zona.

Era olikola omunagiro ogwomukanzu gwona 31
gwa kaniki. Era gulibera nekituli wakati wagwo 32
ekyomutwe: gulibera nolukugiro olwomulimu
ogulangibwa okwetolola ekituli kyagwo, ngeki-
tuli ekyekizibawo ekyekyuma, guleme okuyuzi-
bwa. Era ku birenge byagwo olikolako amakoma- 33
mawanga aga kaniki, nagefulungu, nagolumyufu,
okwetolola ebirenge byagwo; nendege eza zabu
wakati wago okwetolola: endege eya zabu neko- 34
mamawanga, endege eya zabu nekomamawanga,

35 ku birenge ebyomunagiro okwetolola. Era gunabanga ku Aloni okuwererezamu: nedobozi lyagwo linawulirwanga bwanaingiranga mu watukuvu mu maso ga Mukama, era bwanafulumanga, aleme okufa.

36 Era olikola akapande aka zabu enungi, nokolako, ngenjola ezakabonero, nti Omutukuvu eri
37 Mukama. Nokateka ku kagoye aka kaniki, era kanaberanga ku kiremba; ku luwi olwomumaso
38 olwekiremba kwekanaberanga. Era kanaberanga ku kyenyi kya Aloni, ne Aloni anasitulanga obubi bwebitukuvu, abana ba Isiraeri byebanatukuzanga mu birabo byabwe byona ebitukuvu; era kanaberanga ku kyenyikye enaku zona, balyoke
39 bakirizibwe mu maso ga Mukama. Era oliruka ekizibawo ekyakatimba ekya bafuta enungi, era olikola ekiremba ekya bafuta enungi, era olikola
40 olukoba, omulimu ogwomudaliza. Era olibakolera ebizibawo abana ba Aloni, era olibakolera enkoba, nenkufira olibakolera, olwekitibwa no-
41 lwobulungi. Nobiteka ku Aloni mugandawo, ne ku banabe awamu naye; nobafukako amafuta, nojuza emikono gyabwe, nobatukuza, balyoke
42 bamperezenga mu bwakabona. Era olibakolera seruwale za lugoye okubika ku mubiri ogwobwerere bwabwe; ziriva mu kiwato okukoma mu
43 bisambi: era zinaberanga ku Aloni, ne ku banabe, bwebanaingiranga mu wema eyokusisinkaniranga mu, oba bwebanasembereranga ekyoto okuwereza mu watukuvu; baleme okusitula obubi, nokufa: kiribera kiragiro emirembe gyona eri ye neri ezaderye eririmudirira.

29

1 Era bwolibakola bwotyo okubatukuza, bampereze mu bwakabona: otwale ente enume ento nendiga enume biri ezitaliko bulema, nemigati

egitazimbulukuswa, nobugati obutazimbulukuswa obutabudwamu amafuta, nemigati egyempewere egitazimbulukuswa egisigibwako amafuta: oligikola nobuta obulungi obweng'ano. Era oligiteka mu kabo kamu, oligiretera mu kabo, awamu nente nendiga ebiri. Ne Aloni nabanabe olibaleta ku mulyango ogwewema eyokusisinkanirangamu, olibanaza nama'zi. Era olidira ebyambalo noyambaza Aloni ekizibawo, nomunagiro ogwekanzu, nekanzu, nekyomukifuba, nomusiba olukoba olwekanzu olulukibwa namagezi: era olisa ekiremba ku mutwegwe, noteka engule entukuvu ku kiremba. Nolyoka otwala amafuta agokufukibwako, nogafuka ku mutwegwe, nomufukira amafuta. Era olireta abanabe, nobambaza ebizibawo. Era olibasiba enkoba, Aloni nabanabe, nobasako enkufira: era balibera nobwakabona mu kiragiro ekitaligwawo: era olijuza emikono gya Aloni nabanabe. Era olireta ente mu maso gewema eyokusisinkanirangamu: ne Aloni nabanabe nebasa engalo zabwe ku mutwe gwente. Era olisala ente mu maso ga Mukama, ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Notwala ku musai gwente, noguteka ku mayembe gekyoto nolunwerwo; noyiwa omusai gwona mu ntobo yekyoto. Era olitwala amasavu gona agabika ebyenda, nekisenge ekiri ku kibumba, nensigo zombi, namasavu agaziriko, nobyokera ku kyoto. Naye enyama yente, nediba lyayo, nobusa bwayo, nobyokera nomuliro ebweru wolusisira: kye kiwebwayo olwebibi. Era olitwala endiga emu; ne Aloni nabanabe nebasa engalo zabwe ku mutwe gwendiga. Era olisala endiga, notwala omusai gwayo, nogumansira ku kyoto okukyetolola. Era olitematema endiga mu bitundu byayo, nonaza ebyenda byayo, namagulu gayo, nobiteka wamu nebitundu byayo nomutwe gwayo. Era olyokera ku kyoto endiga enamba: kye kiwebwayo ekyokebwa eri Mukama: lye vu-

mbe edungi, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro
19 eri Mukama. Era olitwala endiga eyokubiri; ne
Aloni nabanabe nebasa engalo zabwe ku mutwe
20 gwendiga. Nolyoka osala endiga, notwala ku
musai gwayo, noguteka ku nsonda yokutu okwadyo okwa Aloni, ne ku nsonda zamatu agadyo agabanabe, ne ku binkumu ebyokumikono gyabwe egyadyo, ne ku bisaja ebyokubigere byabwe ebyadyo, nomansira omusai ku kyoto okukyetolola.
21 Era olitwala ku musai oguli ku kyoto, ne ku mafuta agokufukibwako, nobimansira ku Aloni, ne ku byambalobye, ne ku banabe, ne ku byambalo byabanabe wamu naye: naye alitukuzibwa, nebyambalobye, nabanabe, nebyambalo byabanabe wamu
22 naye. Era olitwala ku ndiga amasavu, nomukira ogwamasavu, namasavu agabika ku byenda, nekisenge ekyokukibumba, nensigo zombi, namasavu agaziriko, nekisambi ekyadyo; kubanga ye ndiga
23 eyokutukuza: nomugati gumu, nakagati akasigibwako amafuta kamu, nomugati ogwoluwewere gumu, ngogya mu kabo akemigati egitazimbulu-
24 kuswa akali mu maso ga Mukama: era olibisa byona mu ngalo za Aloni, ne mu ngalo zabanabe; nobiwuba okuba ekiwebwayo ekiwubibwa mu
25 maso ga Mukama. Era olibigya mu ngalo zabwe, nobyokera ku kyoto ku kiwebwayo ekyokebwa, okuba evumbe edungi mu maso ga Mukama: kye
26 kiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama. Era olitwala ekifuba kyendiga ya Aloni eyokutukuza, nokiwuba okuba ekiwebwayo ekiwubibwa mu maso ga Mukama: era ekyo kiriba mugabogwo.
27 Era olitukuza ekifuba ekyekiwebwayo ekiwubibwa, nekisambi ekyekiwebwayo ekisitulibwa, ekiwubibwa era ekisitulibwa, ekyendiga eyoku-
28 tukuza, yeyo eya Aloni, neyo eyabanabe: era eribera ya Aloni nabanabe ngekinagwaniranga abana ba Isiraeri emirembe gyona: kubanga kye kiwebwayo ekisitulibwa: era eribera ekiwebwayo eki-

situlibwa abana ba Isiraeri gyebawa mu sadaka zabwe ezebiwebwayo olwemirembe, kye kiwebwayo kyabwe ekisitulibwa eri Mukama. Ne- 29
byambalo ebitukuvu ebya Aloni binaberanga bya banabe abalimudirira, okubifukirwangamu amafuta, nokubitukulizibwangamu. Omwana 30
alimudirira okuba kabona anabyambaliranga enaku musanvu, bwanaingiranga mu wema eyokusisinkanirangamu okuwereza mu kifo ekitukuvu. Era olitwala endiga eyokutukuza, nofu- 31
mbira enyama yayo mu kifo ekitukuvu. Ne 32
Aloni nabanabe balirya enyama yendiga nemigati egiri mu kabo, mu mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Era balirya ebiweredwayo 33
olwokutangirira, okubatukuza nokubalongosa: naye munagwanga tabiryangako, kubanga bitukuvu. Era bwewalisigalawo ku nyama eyokutu- 34
kuza oba ku migati okutusa enkya, nobyokya ebirisigalawo nomuliro: tebiriribwa, kubanga bitukuvu. Bwolikola bwotyo Aloni nabanabe, nga 35
byona byenkulagide: olibatukuliza enaku musanvu. Era onowangayo buli lunaku ente eyeki- 36
webwayo olwekibi olwokutangirira: era onolongosanga ekyoto, bwonokikoleranga ekyokutangirira; era onokifukangako amafuta, okukitukuza. Onokikoleranga ekyoto ekyokutangirira enaku 37
musanvu, nokitukuzanga: era ekyoto kiribera kitukuvu nyo; buli ekinakomanga ku kyoto kinabanga kitukuvu.

Kale byonowangayo ku kyoto bye bino; abana 38
bendiga babiri abakamala omwaka ogumu buli lunaku obutayosa. Enkya onowangayo omwana 39
wendiga omu; nakawungezi onowangayo omwana wendiga owokubiri: era awamu nomwana wendiga 40
omulala (onowangayo) ekitundu ekyekumi (ekya efa) ekyobuta obulungi obutabudwamu ekitundu ekyokuna ekya ini ekyamafuta amakube; nekitundu ekyokuna ekya ini ekyomwenge okuba eki-

41 webwayo ekyokunywa. Nomwana wendiga omulala onomuwangayo akawungezi, era onomukolanga nga bwewakola ekiwebwayo ekyobuta ekyenkya, nekiwebwayo ekyokunywa ekyenkya, okuba evumbe edungi, ekiwebwayo ekikolebwa no-
42 muliro eri Mukama. Kinaberanga ekiwebwyao ekyokebwa ekitaligwawo mu mirembe gyamwe gyona mu mulyango gwewema eyokusisinkaniranga mu maso ga Mukama: awo wenasisinka-
43 niranga namwe, okwogerera awo nawe. Era awo wenasisinkaniranga nabana ba Isiraeri; newema
44 eritukuzibwa nekitibwa kyange. Era nditukuza ewema eyokusisinkanirangamu, nekyoto: ne Aloni nabanabe ndibatukuza, okumpereza mu
45 bwakabona. Era nditula mu bana ba Isiraeri,
46 era ndibera Katonda wabwe. Nabo balitegera nga nze Mukama Katonda wabwe, eyabagya munsi Yemisiri, ndyoke ntule mubo: nze Mukama Katonda wabwe.

30

1 Era olikola ekyoto ekyokwoterezangako obu-
2 bane: olikikola nomuti ogwa sita. Obuwanvu bwakyo mukono, nobugazi bwakyo mukono; kiryenkanankana enjuwi zona: nobugulumivu bwakyo mikono ebiri: amayembe gakyo galiba ga
3 muti gumu nakyo. Era olikibikako zabu enungi, wagulu wakyo, nenjuwi zakyo okwetolola, namayembe gakyo: era olikikolako engule eya zabu
4 okwetolola. Era olikikolako empeta biri eza zabu wansi wengule yakyo, mu mbirizi zakyo zombi, ku njuwi zakyo zombi kwolizikolera; era ziribera
5 bifo bya misituliro okukisitulirangako. Era olikola emisituliro nomuti ogwa sita, nogibikako
6 zabu. Era olikiteka mu maso gegigi eriri okumpi nesanduke eyobujulizi, mu maso gentebe eyokusasira eri ku bujulizi, kwenasisinkaniranga nawe.

Ne Aloni anayoterezanga okwo obubane obwebi- 7
wunya akalosa: buli nkya, bwanazirongosanga
etabaza, anabwotezanga. Era Aloni bwanakole- 8
zanga etawaza akawungezi, anabwotezanga (okuba)
obubane obutaligwawo mu maso ga Mukama mu
mirembe gyamwe gyona. Temukyoterezangako 9
obubane obulala, newakubade ekiwebwayo ekyo-
kwokya, newakubade ekiwebwayo ekyobuta; so
temukifukirangako ekiwebwayo ekyokunywa.
Era Aloni anakolanga ekyokutangirira ku maye- 10
mbe gakyo omulundi gumu buli mwaka: no-
musai ogwekiwebwayo olwebibi ekyokutangirira
bwanakikoleranga ekyokutangirira omulundi gu-
mu buli mwaka mu mirembe gyamwe gyona; kye
kitukuvu enyo eri Mukama.

Mukama namugamba Musa nti Bwonobala- 11,12
nga omuwendo gwabana ba Isiraeri, ababalibwa
mubo bwebenkana, nebalyoka bawanga buli mu-
ntu ekyokununula ememeye eri Mukama, bwono-
babalanga; kawumpuli aleme okubakwata, bwono-
babalanga. Kino kyebanawanga, buli anaitanga 13
mwabo ababalidwa (anawanga) ekitundu kya
sekeri, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri: [sekeri
emu yenkana ne gera amakumi abiri:] ekitundu
kya sekeri okuba ekiwebwayo eri Mukama. Buli 14
anaitanga mwabo ababalidwa, bona abakamala
emyaka amakumi abiri oba okusingawo anawanga
ekiwebwayo ekya Mukama. Abagaga tebasuki- 15
rizangawo newakubade abavu tebakendezanga ku
kitundu kya sekeri, bwebanawanga ekiwebwayo
ekya Mukama olwokutangirira ememe zamwe.
Era onotwalanga feza eyokutangirira ku bana ba 16
Isiraeri, nogikoza emirimu egyomuwema eyoku-
sisinkanirangamu; ebere ekijukizo eri abana ba
Isiraeri mu maso ga Mukama, okutangirira ememe
zamwe.

Mukama namugamba Musa nti Era olikola 17
ekyokunabiramu kya kikomo, nentobo yakyo 18

ya kikomo, okunabirangamu: nokiteka wakati
wewema eyokusisinkanirangamu nekyoto, noki-
19 fukangamu ama'zi. Ne Aloni nabanabe bananabi-
20 rangamu engalo zabwe nebigere byabwe: bweba-
naingiranga mu wema eyokusisinkanirangamu,
bananabanga nama'zi, baleme okufa; newaku-
bade bwebanasembereranga ekyoto okuwereza,
okwokya ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri
21 Mukama: bananabanga bwebatyo engalo zabwe
nebigere byabwe, baleme okufa: era kiribera
kiragiro enaku zona eri bo, eri ye neri ezaderye
mu mirembe gyabwe gyona.
22 Nate Mukama namugamba Musa nti Era
23 wetwalire ku byakalosa ebimanyibwa, mulo
ekulukuta (sekeri) bitano, ne kinamomo (sekeri)
bibiri mwatano, kye kitundu kyomuwendo gwa
mulo, ne kalamo empomerevu (sekeri) bibiri
24 mwatano, ne kasia (sekeri) bitano, nga sekeri
eyomuwatukuvu bweri, namafuta agomuzeituni
25 ini emu: era olibikoza amafuta amatukuvu ago-
kufukibwangako, omugavu ogutabudwa namagezi
agomukozi womugavu: galiba mafuta amatukuvu
26 agokufukibwangako. Era oligafuka ku wema
eyokusisinkanirangamu, ne ku sanduke eyobuju-
27 lizi, ne ku meza ne ku bintu byayo byona, neki-
28 kondo ne ku bintu byakyo, ne ku kyoto ekyo-
kwoterezangako, ne ku kyoto ekyokwokerangako
ne ku bintu byakyo byona, ne ku kyokunabi-
29 rangamu ne ku ntobo yakyo. Era olibitukuza
okubera ebitukuvu enyo: buli ekinabikomangako
30 kiriba kitukuvu. Era Aloni nabanabe olibafu-
kako amafuta, nobatukuza, okumpereza mu bwa-
31 kabona. Era olibagamba abana ba Isiraeri nti
Gano galibera mafuta matukuvu agokufukibwa-
32 ngako eri nze mu mirembe gyamwe gyona. Te-
gafukibwanga ku mubiri gwa muntu, so temu-
kolanga agafanana nago, nga bwegatabulwa: ge
33 matukuvu, galibera matukuvu gyemuli. Buli

alitabula agafanana nago, na buli aligafukako ku munagwanga, alizikirizibwa okuva mu bantube.

Mukama namugamba Musa nti Wetwalire 34
ebyakawowo ebiwomerevu, sitakite, ne onuka, ne galabano; ebyakalosa ebiwomerevu nomugavu omulongofu: byona byenkane obuzito; era olibi- 35
koza ekyokwoteza, akalosa akakolebwa namagezi agomukozi wakalosa, akatabudwamu omunyo, akalongofu, akatukuvu: era olikatwalako noka- 36
sekulasekula nyo, nokateka mu maso gobujulizi mu wema eyokusisinkanirangamu, wenasisinkaniranga nawe: kalibera katukuvu nyo gyemuli. Nekyokwoteza kyolikola temukyekoleranga mwe 37
mweka nga bwekitabulwa: kiribera kitukuvu gyoli eri Mukama. Buli alikola agafanana 38
nago, okuwunyako, alizikirizibwa okuvu mu bantube.

31

Mukama namugamba Musa nti Laba, mpise 1
erinya Bezaleri omwana wa Uli, omwana wa 2
Kuli, owomukika kya Yuda: era mujuziza omwo- 3
yo gwa Katonda, mu magezi, ne mu kutegera, ne mu kumanya, ne mu buli ngeri ya kukola, okulowoza emirimu egyamagezi, okukola ne 4
zabu, ne feza, nekikomo, ne mu kusala amainja 5
agokusamu, ne mu kwola emiti, okukola mu buli ngeri ya kukola. Nange, laba, ntesewo wamu 6
naye Okoliabu, omwana wa Akisimaka, owomukika kya Dani; ne mu mitima gyabwe bona abalina emitima egyamagezi ngitademu amagezi bakole byona byenkulagide: ewema eyokusisi- 7
kanirangamu, ne sanduke eyobujulizi, nentebe eyokusasira egiriko, nebintu byona ebyomuwema; nemeza nebintu byayo, nekikondo ekirungi ne- 8
bintu byakyo byona, nekyoto ekyokwotereza-ngako; nekyoto ekyokwokerangako nebintu bya- 9

kyo byona, nekyokunabirangamu nentobo yakyo;
10 nebyambalo ebikolebwa obulungi, nebyambalo
ebitukuvu ebya Aloni kabona, nebyambalo eby-
11 banabe, okuwereza mu bwakabona; namafuta
agokufukibwangako, nekyokwoteza ekyebyaka-
losa ebiwomerevu ekyawatukuvu: nga byona
byenkulagide, bwebalikola bwebatyo.
12 Mukama namugamba Musa nti Era babu-
13 lire abana ba Isiraeri nti Mazima mukwatanga
sabiti zange: kubanga ke kabonero wakati wange
namwe mu mirembe gyamwe gyona; mulyoke
14 mumanye nga nze Mukama abatukuza. Kyemu-
navanga mukwata sabiti; kubanga lwe lutukuvu
gyemuli: buli analusobyanga talemanga kutibwa:
kubanga buli analukolerangako emirimu gyona,
omwoyo ogwo gunazikirizibwanga mu bantube.
15 Enaku mukaga emirimu gikolebwenga; naye ku
lunaku olwomusanvu wabangawo sabiti olwoku-
wumula okutukuvu, okutukuvu eri Mukama:
buli anakolanga emirimu gyona ku sabiti, tale-
16 manga kutibwa. Abana ba Isiraeri kyebanava-
nga bakwata sabiti, okwekumanga sabiti mu mire-
mbe gyabwe gyona, okuba endagano etaligwawo.
17 Ke kabonero wakati wange nabana ba Isiraeri
enaku zona: kubanga mu naku mukaga Mukama
yakola egulu nensi, ne ku lunaku olwomusanvu
nawumula, nawera.
18 Bweyamala okwogera naye ku lusozi Sinai,
namuwa Musa ebipande bibiri ebyobujulizi, ebi-
pande ebyamainja, ebyawandikibwako nengalo ya
Katonda.

32

1 Awo abantu bwebalaba nga Musa alude okuka
okuva ku lusozi, nebakung'ana eri Aloni, nebamu-
gamba nti Golokoka, otukolere bakatonda, abana-
tukulemberanga; kubanga Musa oyo, ye yatugya

munsi Yemisiri, tetumanyi kyabade. Aloni na- 2
bagamba nti Mumenye ku mpeta eza zabu, eziri
mu matu gabakazi bamwe, nagabana bamwe abo-
bulenzi nabobuwala, muzindetere. Abantu bona 3
nebamenya ku mpeta eza zabu ezali mu matu
gabwe, nebaziretera Aloni. Nagitola mu ngalo 4
zabwe, nagiwumba nekyuma ekisala, nagifula
enyana ensanuse: nebogera nti Bano be bakato-
ndabo, gwe Isiraeri, abakugya munsi Yemisiri.
Aloni bweyalaba, nazimba ekyoto mu maso gayo; 5
Aloni nalangira nayogera nti Enkya wanabera
embaga eri Mukama. Nebagolokoka enkya mu 6
makya, nebawayo ebiwebwayo ebyokwokya, ne-
baleta ebiwebwayo olwemirembe; abantu neba-
tula okulya nokunywa, nebagolokoka okuzanya.
Mukama namugamba Musa nti Genda osere- 7
ngete; kubanga abantubo bewagya munsi Yemi-
siri beyononyeseza: bakyamye mangu nebava 8
mu kubo lyenabalagira: bekolede enyana ensa-
nuse, nebagisinza, nebagiwa sadaka, nebogera nti
Bano be bakatondabo, gwe Isiraeri, abakugya
munsi Yemisiri. Mukama namugamba Musa nti 9
Abantu bano mbalabye, era, laba, be bantu abalina
ensingo enkakanyavu: kale kakano ndeka, obu- 10
sungu bwange bwake nyo kubo, era mbazikirize:
era ndikufula gwe egwanga edene. Musa namwe- 11
gairira Mukama Katondawe, nayogera nti Muka-
ma, kiki ekyasi'za enyo obusungubwo ku bantubo,
bewagya munsi Yemisiri namanyi amangi nomu-
kono ogwobuinza? Lwa ki okwogeza Abamisiri 12
nti Yabagyiramu obubi, okubatira ku nsozi,
nokubazikiriza okuva ku maso gensi? Oleke
obusungubwo obukambwe, ojulukuke oleke obubi
obwo eri abantubo. Ojukire Ibulaimu, Isaka, ne 13
Isiraeri, abawerezabo, beweraiririira weka noba-
gamba nti Ndyongera ezade lyamwe ngemunyenye
ezomugulu, nensi eyo yona gyenjogedeko ndigiwa
ezade lyamwe, nabo baligisikira emirembe gyona.

14 Mukama najulukuka naleka obubi bwabade ayogede okubakola abantube.
15 Musa nakyuka, naserengeta okuva ku lusozi, ngalina ebipande bibiri ebyobujulizi mu ngaloze; ebipande ebyawandikibwako ku njuwi zabyo
16 zombi; byawandikibwako eruwi neruwi. Nebipande byali mulimu gwa Katonda, nokuwandika kwali kuwandika kwa Katonda, okwayolebwa ku
17 bipande. Yosuwa bweyawulira edobozi lyabantu nga bogerera wagulu, namugamba Musa nti Wali-
18 wo edobozi eryokulwana mu lusisira. Nayogera nti Eryo si dobozi lyabo abogerera wagulu olwokuwangula, so si dobozi lyabo abakaba olwokugobebwa: naye edobozi lyabo abaimba lyempulira.
19 Awo olwatuka bweyasemberera olusisira, nalyoka alaba enyana nabazina: obusungu bwa Musa nebwaka nyo, nakasuka ebipande mu ngaloze,
20 nabimenyera wansi wolusozi. Natwala enyana gyebali bakoze, nagyokya nomuliro, nagisekulasekula, nagimansira ku ma'zi, naganywesako
21 abana ba Isiraeri. Musa namugamba Aloni nti Abantu bano bākukola ki, gwe nokuleta noba-
22 letako okwonona okunene? Aloni nayogera nti Obusungu bwa mukama wange buleme okwaka enyo: gwomanyi abantu bano, nga bagobererere
23 dala obubi. Kubanga bang'amba nti Tukolera bakatonda, abanatukulemberanga: kubanga Musa oyo, ye yatugya munsi Yemisiri, tetumanyi kya-
24 bade. Nembagamba nti Buli alina zabu yona yona, bagimenyeko; awo nebagimpa: nengiteka
25 mu muliro, nenyana eno nevamu. Awo Musa bweyalaba ngabantu bajemye; kubanga Aloni
26 yabajemya okusekererwa abalabe babwe: Musa nalyoka aimirira mu wankaki wolusisira, nayogera nti Buli muntu ali kulwa Mukama, (aje) gyendi. Abana bona ba Levi nebakung'ana gyali.
27 Nabagamba nti Bwati bwayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Muteke buli muntu ekita-

lakye ku kisambikye, muding'ane mu miryango gyona mu lusisira lwona, mute buli muntu mugandawe, na buli muntu mune, na buli muntu muliranwawe. Abana ba Levi nebakola ngekigambo kya Musa: nebafa ku bantu ku lunaku luli abasaja nga nkumi satu. Musa nayogera nti Mwetukuze lero eri Mukama, newakubade okulwana buli muntu nomwanawe, era ne mugandawe; alyoke abawe lero omukisa. Awo olwatuka enkya Musa nabagamba abantu nti Mwayononye ekyonono ekinene: ne kakano nalinya eri Mukama; mpozi nakola ekinatangirira olwekyonono kyamwe. Musa nadayo eri Mukama, nayogera nti Woo, abantu abo bayononye ekyonono ekinene, nebekolera bakatonda aba zabu. Naye kakano, bwonosonyiwa ekyonono kyabwe—; naye bwotobasonyiwe, onsangule nze, nkwegairide, mu kitabokyo kyewawandika. Mukama namugamba Musa nti Buli eyanyononye nze, oyo gwenasangula mu kitabo kyange. Ne kakano genda, obatwale abantu mu (kifo) kyenakugambako: laba, malaika wange anakukulemberanga: era naye ku lunaku luli lwendiwalana, ndibawalanako ekibi kyabwe. Mukama nabonyabonya abantu, kubanga bakola enyana, Aloni gyeyakola.

28 29 30 31 32 33 34 35

33

Mukama namugamba Musa nti Mugende mulinye okuva wano, gwe nabantu bewagya munsi Yemisiri, muingire munsi gyenalairira Ibulaimu, Isaka, ne Yakobo, nga njogera nti Ndigiwa ezaderyo: era ndituma malaika mu masogo; era ndigobamu Omukanani, Omwamoli, Nomukiti, Nomuperizi, Omukivi, Nomujebusi: munsi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki: kubanga nze sirirnya wakati mumwe; kubanga oli gwanga eririna ensingo enkakanyavu: neme okukuzikiriza mu

1 2 3

4 kubo. Abantu bwebawulira ebigambo ebyo ebibi,
nebanakuwala : newataba muntu ayambala ebyo-
5 buyonjobye. Mukama namugamba Musa nti
Bagambe abana ba Isiraeri nti Muli gwanga eri-
rina ensingo enkakanyavu : mbera kulinya wakati
mugwe (newakubade) akasera akatono, nandiku-
zikiriza : kale kakano yambula ebyobuyonjobyo,
6 ndyoke ntegere bwenakukola. Abana ba Isiraeri
nebeyambula ebyobuyonjo byabwe okuva ku lusozi
Kolebu nokweyongerayo.
7 Musa yatwalanga ewema nagisimba ebweru wo-
lusisira, walako nolusisira ; nagiita ewema eyoku-
sisinkanirangamu. Era buli eyanonyanga Mu-
kama nafulumanga nagenda mu wema eyokusi-
8 sinkanirangamu, eyali ebweru wolusisira. Era
Musa bweyafulumanga nagendanga mu wema,
abantu bona nebagolokokanga nebaimirira, buli
muntu mu mulyango gwewemaye, natunulira
Musa, okutusa bweyamalanga okuingira mu wema.
9 Awo Musa bweyaingiranga mu wema, empagi
eyekire neka neimirira ku mulyango gwewema :
10 Mukama nayogera ne Musa. Abantu bona neba-
laba empagi eyekire ngeimiride ku mulyango
gwewema : abantu bona nebaimuka nebasinza,
11 buli muntu mu mulyango gwewemaye. Mukama
nayogeranga ne Musa nga balabagana mu maso,
ngomuntu bwayogera ne mukwanogwe. Na-
dangayo mu lusisira nate : naye omuwerezawe,
Yosuwa, omwana wa Nuni, omuvubuka, teyavanga
mu wema.
12 Musa namugamba Mukama nti Laba, ondagira
nti Twala abantu bano : notong'anya kumanya
gwonotuma awamu nange. Naye wayogera nti
Nkumanyi erinya, era walaba ekisa mu maso
13 gange. Kale kakano, nkwegairide, bwemba nga
nalaba ekisa mu masogo, ondage amakubogo,
nkumanye, ndyoke ndabe ekisa mu masogo : era
14 lowoza ngegwanga lino bantubo. Nayogera nti

Amaso gange galigenda (nawe), nange ndikuwa
okuwumula. Namugamba nti Amasogo bwe- 15
gatagendenga (nange), totutwala okuva wano. Ku- 16
banga kiritegerebwa kitya nga nze nalaba ekisa
mu masogo, nze nabantubo? si kyekiriva (kite-
gerebwa) kubanga ogenda nafe, nokwawulwa ne-
twawulibwa, nze nabantubo, mu bantu bona abali
ku maso gensi?

Mukama namugamba Musa nti Era nekyo 17
kyoyogede ndikikola: kubanga walaba ekisa mu
maso gange, nange nkumanyi erinya. Nayogera 18
nti Nkwegairide, ondage ekitibwakyo. Nayo- 19
gera nti Naisa obulungi bwange bwona mu maso-
go, era natendera erinya lya Mukama mu maso-
go; era namukwatirwanga ekisa gwenakwatirwa-
nga ekisa, era namusasiranga gwenasasiranga.
Nayogera nti Toinza kundaba maso: kubanga 20
omuntu talindabako naba omulamu. Mukama 21
nayogera nti Laba, waliwo ekifo ekiri okumpi
nange, nawe onoimirira ku jinja: awo olunatuka 22
ekitibwa kyange bwekinaba nga kiita, nakuteka
mu lwatika olwomujinja, nenkubikako nomu-
kono gwange okutusa bwenaba nga mpisewo:
nenziyako omukono gwange, nawe nolaba ama- 23
bega gange: naye amaso gange tegulabike.

34

Mukama namugamba Musa nti Webajire ebi- 1
pande bibiri ebyamainja ebifanana ngebyoluberyeberye: nange ndiwandika ku bipande ebigambo ebyali ku bipande ebyoluberyeberye, byewamenya. Era enkya obe nga wetesetese, olinye 2
enkya ku lusozi Sinai, weragire okwo gyendi ku ntiko yolusozi. So tewabe muntu alinya nawe, so 3
nomuntu yena aleme okulabikira ku lusozi lwona lwona; newakubade endiga newakubade ente

4 bireme okulira mu maso golusozi olwo. Nabaja
ebipande bibiri ebifanana ngebyoluberyeberye;
Musa nagolokoka enkya mu makya, nalinya ku
lusozi Sinai, Mukama nga bweyamulagide, natwala
5 mu ngaloze ebipande bibiri ebyamainja. Mukama
nakira mu kire, naimirira eyo wamu naye, nate-
6 ndera erinya lya Mukama. Mukama naita mu
masoge, natendera nti Mukama, Mukama, Ka-
tonda ajude okusasira era owekisa, alwawo okusu-
nguwala, era alina okusasira okungi namazima
7 amangi; ajukira okusasira eri abantu enkumi
nenkumi, asonyiwa obutali butukirivu nokwonona
nekibi: era atalimugyako omusango nakatono
(oyo aligubako); awalana obutali butukirivu bwa
bakitabwe ku bana babwe, ne ku bana babana ba-
8 bwe, ku mirembe egyokusatu negyokuna. Musa
navanguwa, navunama omutwe wansi, nasinza.
9 Nayogera nti Bwemba kakano nga nalaba ekisa
mu masogo, ai Mukama, Mukama atambulenga
wakati mufe, nkwegairide; kubanga lye gwanga
eririna ensingo enkakanyavu; era otusonyiwe
obutali butukirivu bwafe nokwonona kwafe, era
10 otutwale okuba obusikabwo. Nayogera nti Laba,
ndagana endagano: mu maso gabantubo bona
ndikola ebyamagero, ebitakolebwanga ngebyo
munsi zona, newakubade mu gwanga lyona lyona:
nabantu bona bolimu baliraba omulimu gwa Mu-
11 kama, kubanga kyendikukoza kya ntisa. Lowoza
kino kyenkulagira lero: laba, ngobamu mu maso-
go Omwamoli, Nomukanani, Nomukiti, Nomu-
12 perizi, Nomukivi, Nomuyebusi. Wekume weka,
tolagananga ndagano nabo abali munsi gyogenda,
13 ereme okuba ngekyambika wakati mugwe: naye
mulimenyamenya ebyoto byabwe, era mulyasa-
yasa empagi zabwe, era mulitematema Bāsera
14 babwe: kubanga tolisinza Katonda mulala yena:
kubanga Mukama, erinyalye Wabugya, ye Kato-
15 nda owobugya: tolagananga ndagano nabo abali

munsi, baleme okwenda nga bagoberera bakatonda babwe, nebabawa sadaka bakatonda babwe, newabawo akuita nolya ku sadakaye; notwalira abanabo abasaja ku bawala babwe, abawala babwe nebayenda nga bagoberera bakatonda babwe, nebabayenza abanabo nga bagoberera bakatonda babwe. Tewekoleranga bakatonda abasanuse. Onekumanga embaga eyemigati egitazimbulukuswa. Enaku mukaga onolyanga emigati egitazimbulukuswa, nga bwenakulagira, mu kisera ekyalagirwa mu mwezi Abibu: kubanga mu mwezi Abibu mwewavira mu Misiri. Buli ekinagulanga enda kyange; nensolozo zona enume, ebyoluberyeberye ebyente nebyendiga. Nomwana omuberyeberye owendogoi onomununulanga nomwana wendiga: era bwonobanga toyagala kumununula, onomenyanga obulago bwayo. Ononunulanga ababeryeberye bona mu banabo. So tewabenga eyeraga eri nze nga talese kintu. Enaku omukaga onokoleranga mu emirimu, naye ku lunaku olwomusanvu onowumulanga: mu naku zebalimirangamu ne mu naku zebakungulirangamu onowumulanga. Era onekumanga embaga eya sabiti, ye yomwaka omuberyeberye ogweng'ano, nembaga eyokutereka omwaka nga guwedeko. Emirundi esatu buli mwaka abasajabo bona baneraganga mu maso ga Mukama Katonda, Katonda wa Isiraeri. Kubanga ndigobamu amawanga mu masogo, nengaziya ensalozo: so tewabenga muntu alyegomba ensiyo, bwonogendanga okulabika mu maso ga Mukama Katondawo emirundi esatu buli mwaka. Towangayo musai gwa sadaka yange wamu nomugati oguzimbulukuswa; newakubade sadaka eyembaga Eyokuitako tesigalangako okutusa enkya. Ebyoluberyeberye ebyensiyo ebisoka onobiretanga mu nyumba ya Mukama Katondawo. Tofumbiranga omwana wembuzi mu mata ga nyina wayo. Mukama namugamba Musa nti Gwe wa-

16 17 18 19 20 21 22 23 24 25 26 27

ndika ebigambo ebyo: kuba ekigambo ebyo nga
bwebiri bwendaganye bwentyo endagano nawe ne
28 Isiraeri. Namala eyo wamu ne Mukama enaku
amakumi ana emisana nekiro; nga talya mere so-
nga tanywa ma'zi. Nawandika ku bipande ebi-
gambo ebyendagano, amateka ekumi.
29 Awo olwatuka Musa bweyaka okuva ku lusozi
Sinai, ebipande bibiri ebyobujulizi nga biri mu
ngalo za Musa, bweyaka okuva ku lusozi, Musa
natamanya ngomubiri ogwamasoge gumasamasa
30 olwokwogera naye. Aloni nabana bona aba
Isiraeri bwebalaba Musa, laba, omubiri ogwama-
soge negumasamasa; nebatya okumusemberera.
31 Musa nabaita; Aloni nabakulu bona abekibina
32 nebada gyali: Musa nayogera nabo. Oluvanyuma
abana bona aba Isiraeri nebasembera: nabalagira
byona Mukama byayogerede naye ku lusozi Sinai.
33 Musa bweyamala okwogera nabo, nateka ekyoku-
34 bika ku masoge. Naye Musa bweyaingiranga
mu maso ga Mukama okwogera naye, nagyako
ekyokubika, okutusa lweyafulumanga; nafulu-
manga nayogera nabana ba Isiraeri bweyalagi-
35 rwanga; abana ba Isiraeri nebalaba amaso ga
Musa, omubiri ogwamasoge nga gumasamasa:
Musa na'zanga ekyokubika ku masoge, okutusa
lweyaingiranga okwogera naye.

35

1 Musa nakung'anya ekibina kyona ekyabana ba
Isiraeri, nabagamba nti Bino bye bigambo Muka-
2 ma byalagide, mwe okubikola. Enaku omukaga
emirimu gikolerwengamu, nayè ku lunaku olwo-
musanvu wabenga olunaku olutukuvu gyemuli,
sabiti eyokuwumula okutukuvu eri Mukama: buli
anakolerangako omulimu gwona anatibwanga
3 Temukolezanga muliro gwona mu nyumba zamwe
zona ku lunaku olwa sabiti.

Musa nababulira ekibina kyona ekyabana ba 4
Isiraeri nti Kino kye kigambo Mukama kyala-
gide, ngayogera nti Mutwale ku banamwe eki- 5
webwayo eri Mukama: buli alina omutima ogukiriza, akirete, kye kiwebwayo ekya Mukama; zabu, ne feza, nekikomo; ne kaniki, nolugoye 6
olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta, nebyoya byembuzi; namaliba gendiga amanyike 7
amamyufu, namaliba geng'onge, nomuti gwa sita; namafuta getabaza, nebyakalosa ebyama- 8
futa agokufukako, (nebyakalosa) ebyokunyokeza; namainja aga onuku, namainja agokutona, oku- 9
bera ku kanzu ne ku kyomukifuba. Era buli 10
muntu mumwe alina omutima ogwamagezi aje akole byona Mukama byalagide; enyumba, ewema 11
yayo nekyokugibikako, ebikwaso byayo, nembawo zayo, nemiti gyayo, nempagi zayo, nebinya byayo; esanduke, nemisituliro gyayo, entebe eyokusasira, 12
negigi eryawulamu; emeza nemisituliro gyayo, 13
nebintu byayo byona, nemigati egyokulaga; era 14
nekikondo ekyetabaza, nebintu byakyo, netabaza zakyo, namafuta agetabaza; nekyoto ekyokwo- 15
terezangako, nemisituliro gyakyo, namafuta agokufukako, nobubane obuwomerevu, nakatimba akolugi olwomumulyango ogwewema; ekyoto 16
ekyokwokerangako ekiwebwayo, era nekitindiro kyakyo ekyekikomo, emisituliro gyakyo, nebintu byakyo byona, ekyokunabirangamu nentobo yakyo; ebitimbibwa ebyolugya, empagi zalwo, 17
nebinya byazo, nakatimba akolugi olwolugya; eninga ezewema, neninga ezolugya, nemigwa 18
gyabyo; nebyambalo ebikolebwa obulungi, 19
ebyokuwererezangamu mu watukuvu, ebyambalo ebitukuvu eby'a Aloni kabona, nebyambalo ebyabanabe, ebyokuwererezangamu mu bwakabona.

Ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nebagenda 20
nebava mu maso ga Musa. Nebaja buli muntu 21

omutimagwe gwegwakubiriza, era na buli muntu omwoyogwe gwegwakirizisa, nebaleta ekiwebwayo ekya Mukama, olwomulimu ogwewema eyokusisinkanirangamu, nolwokuwereza kwayo kwona,
22 nolwebyambalo ebitukuvu. Nebaja, abasaja era nabakazi, bona abalina emitima egikiriza, nebaleta amapesa, nempeta ezomumatu, neziriko obubonero, namagemu, amakula gona aga zabu; buli muntu
23 eyawa ekiwebwayo ekya zabu eri Mukama. Na buli muntu eyalabika ngalina kaniki nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi, nebyoya byembuzi, namaliba gendiga amanyike ama-
24 myufu, namaliba geng'onge, nabireta. Buli muntu eyawayo ekiwebwayo ekya feza nekikomo yaleta ekiwebwayo ekya Mukama: na buli muntu eyalabika ngalina omuti gwa sita olwomulimu
25 gwona gwona ogwokuwereza, naguleta. Nabakazi bona abalina emitima egyamagezi nebalanga nengalo zabwe, nebaleta byebalanga, kaniki, nolugoye
26 olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi. Nabakazi bona emitima gyabwe begyakubiriza mu
27 magezi nebalanga ebyoya byembuzi. Nabakulu nebaleta amainja aga onuku, nagokutona, okubera
28 ku kanzu ne ku kyomukifuba; nebyakalosa, namafuta; olwetabaza, nolwamafuta agokufukako
29 nolwobubane obuwomerevu. Abana ba Isiraeri baleta ekiwebwayo ekyemyoyo egyedembe eri Mukama; buli musaja nomukazi, emitima gyabwe begyakirizisa okuletera omulimu gwona Mukama gweyalagira okukola mu mukono gwa Musa.
30 Musa nabagamba abana ba Isiraeri nti Laba, Mukama amuise erinya Bezaleri omwana wa Uli,
31 omwana wa Kuli, owekika kya Yuda; era amujuziza omwoyo gwa Katonda, mu magezi, mu
32 kutegera, ne mu kumanya, ne mu buli ngeri yokukola; nokuyiya emirimu egyamagezi, nokukola omulimu gwa zabu, nogwa feza, nogwekikomo,
33 nogwokusala amainja agokutona, nogwokwola

emiti, okukola buli ngeri yemirimu egyamagezi.
Era atese mu mutimagwe okuigiriza, ye era ne 34
Okoliabu, omwana wa Akisamaka, owekika kya
Dani. Abo bajuziza emitima gyabwe amagezi, 35
okukola buli ngeri yemirimu, egyomusazi wa-
mainja, negyomukozi owamagezi, negyomudaliza,
egya kaniki, negyolugoye olwefulungu, negyo-
lumyufu, negya bafuta enungi, negyomulusi egya
bona abakola emirimu gyona gyona, nabo abayiya
emirimu egyamagezi. Ne Bezaleri ne Okoliabu 36
balikola emirimu, na buli muntu alina omutima
ogwamagezi, Mukama gwatesemu amagezi noku-
tegera amanye okukola omulimu gwona ogwoku-
wereza okwomuwatukuvu, nga byona Mukama
byeyalagira.

Musa naita Bezaleri ne Okoliabu, na buli muntu 2
eyalina omutima ogwamagezi, Mukama gweya-
tekamu amagezi mu mutimagwe, buli muntu
omutimagwe gwegwakubiriza okuja ku mulimu
okugukola: Musa nabawa ekiwebwayo kyona 3
abana ba Isiraeri kyebaleta olwemirimu egyo-
kuwereza okwomuwatukuvu, okugikola. Era
nebamuleteranga ebiwebwayo nemyoyo egyede-
mbe buli nkya. Nabamagezi bona, abakola 4
emirimu gyona egyomuwatukuvu, nebava buli 5
muntu ku mulimugwe, gwebali bakola; neba-
mugamba Musa nti Abantu baleta bingi ebisu-
kiride enyo okumala okukola emirimu, Mukama
gyeyalagira okukola. Musa nalagira, nebalangira 6
mu lusisira lwona, nti Omusaja era nomukazi
alekerawo okukola nate omulimu gwona ogwe-
kiwebwayo ekyawatukuvu. Abantu nebaziizi-
bwa obutaleta. Kubanga ebintu byebali nabyo 7
byamala emirimu gyona okugikola, era byasuki-
rirawo.

Na buli muntu eyalina omutima ogwamagezi 8
eyakola omulimu ogwo nakola ewema namagigi
kumi; aga bafuta enungi erangidwa, ne kaniki,

nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bakerubi
omulimu ogwomukozi owamagezi bweyagakola.
9 Obuwanvu bwa buli gigi bwali emikono amaku-
mi abiri mu munana, nobugazi bwa buli gigi
emikono ena: amagigi gona gali ga kigero kimu.
10 Nagata amagigi atano goka na goka: era namagigi
11 atano (amalala) nagagata goka na goka. Nakola
eng'ango eza kaniki ku lukugiro lwegigi erimu
okuva mu nsonda eyamagate: era bwatyo nakola
ku lukugiro lwegigi eryokumabali gamagate ago-
12 kubiri. Yakola eng'ango amakumi atano ku gigi
limu, neng'ango amakumi atano ku lukugiro
lwegigi eryomumagate agokubiri: eng'ango zala-
13 bagana zoka na zoka. Era nakola ebikwaso ebya
zabu amakumi atano, nagata amagigi goka na
14 goka nebikwaso: ewema nebera emu. Era na-
kola amagigi agebyova byembuzi okubera ewema
ku wema: yagakola amagigi kumi na limu.
15 Obuwanvu bwa buli gigi bwali emikono amakumi
asatu, nobugazi bwa buli gigi emikono ena: ama-
16 gigi kumi na limu gali ga kigero kimu. Nagata
amagigi atano goka, namagigi omukaga goka.
17 Nakola eng'ango amakumi atano ku lukugiro
lwegigi eryokumabali gamagate, neng'ango ama-
kumi atano nazikola ku lukugiro lwegigi (eryoku-
18 mabali) gamagate agokubiri. Era nakola ebikwaso
amakumi atano ebyebikomo okugata ewema, ebere
19 emu. Era nagikolera ewema ekyokugibikako
ekyamaliba gendiga amanyike amamyufu, ne ku-
ngulu ekyokugibikako ekyamaliba geng'onge.
20 Era nakola embawo ezewema ezomuti gwa sita,
21 okuimirira. Emikono kumi bwe bwali obuwanvu
bwolubawo, nomukono nekitundu obugazi bwa
22 buli lubawo. Mu buli lubawo mwalimu enimi
biri, ezagatibwa zoka na zoka: bwatyo bweyakola
23 ku mbawo zona ezewema. Nakola embawo eze-
wema; embawo amakumi abiri ezoluwi lwobu-
24 kika obwadyo mu bukika obwadyo: era nakola

ebinya ebya feza amakumi ana wansi wembawo amakumi abiri; ebinya bibiri wansi wolubawo lumu ebyenimi zalwo ebiri, nebinya bibiri wansi wolubawo olulala ebyenimi zalwo ebiri. Era 25
ezoluwi olwokubiri olwewema, ku luwi olwobukika obwa kono, nakola embawo amakumi abiri, nebinya byazo ebya feza amakumi ana; ebinya 26
bibiri wansi wolubawo lumu, nebinya bibiri wansi wolubawo olulala. Era ezoluwi olwewema 27
olwamabega mu bugwanjuba nakola embawo mukaga. Era nakola embawo biri ezensonda ezewema 28
ku luwi olwamabega. Zali biri biri wansi, era 29
bwezityo bwezali enamba wagulu wazo okutuka ku mpeta emu: bwatyo bweyazikola zombi mu nsonda zombi. Zali embawo munana, nebinya bya- 30
zo ebya feza, ebinya kumi na mukaga; ebinya ebibiri wansi wa buli lubawo. Era nakola emiti 31
egyomuti gwa sita; etano egyembawo ezoluwi lumu olwewema, nemiti etano egyembawo ezoluwi 32
olulala olwewema, nemiti etano egyembawo ezewema ezoluwi olwamabega olwebugwanjuba. Nomuti ogwa wakati naguisa wakati mu mbawo 33
eruwi neruwi. Nembawo nazibikako zabu, nakola 34
empeta zazo eza zabu omwokutekera emiti, nemiti nagibikako zabu.

Nakola egigi erya kaniki, nolugoye olwefulu- 35
ngu, nolumyufu, ne bafuta enungi erangidwa: ne bakerubi omulimu ogwomukozi owamagezi bweyalikola. Nalikolera empagi nya ezomuti gwa 36
sita, nazibikako zabu: nebikwaso byazo byali bya zabu; nazifumbira ebinya bina ebya feza. Nalukolera akatimba olugi olwewema, aka ka- 37
niki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi erangidwa, omulimu ogwomudaliza; ne- 38
mpagi zako tano nebikwaso byazo: nemitwe gyazo nemiziziko gyazo nabibikako zabu: nebinya byazo bitano byali bya bikomo.

37

1 Bezaleri nakola esanduke eyomuti gwa sita : obuwanvu bwayo bwali emikono ebiri nekitundu, nobugazi bwayo omukono gumu nekitundu, nobu-
2 gulumivu bwayo omukono gumu nekitundu : nagibikako zabu enungi munda ne kungulu, nagi-
3 kolera engule eya zabu okwetolola. Nagifumbira empeta nya eza zabu, mu magulu gayo ana; empeta biri ku lubirizi lwayo olumu, nempeta biri ku
4 lubirizi lwayo olwokubiri. Nakola emisituliro
5 egyomuti gwa sita, nagibikako zabu. Naingiza emisituliro mu mpeta ku mbirizi ezesanduke,
6 okusitula esanduke. Nakola entebe eyokusasira eya zabu enungi : obuwanvu bwayo emikono ebiri nekitundu, nobugazi bwayo omukono gumu
7 nekitundu. Nakola bakerubi babiri aba zabu ; yabakola neyawesebwa, ku nsonda biri ezentebe
8 eyokusasira ; kerubi omu ku nsonda eyo, ne kerubi omu ku nsonda eyo : yakola bakerubi mu kitundu ekyentebe eyokusasira ku nsonda zayo
9 ebiri. Ne bakerubi bagolola ebiwawatiro byabwe wagulu, nga bayanjala ku ntebe eyokusasira ebiwawatiro byabwe, nga balabagana amaso gabwe ; amaso ga bakerubi batunulira entebe eyokusasira.
10 Nakola emeza eyomuti gwa sita : obuwanvu bwayo emikono ebiri, nobugazi bwayo omukono gumu, nobugulumivu bwayo omukono gumu ne-
11 kitundu : nagibikako zabu enungi, nagikolako
12 engule eya zabu okwetolola. Nagikolako olukugiro olwoluta okwetolola, halukolera olukugiro
13 lwayo engule eya zabu okwetolola. Nagifumbira empeta nya eza zabu, nateka empeta ku nsonda
14 enya eziri ku magulu gayo ana. Kumpi nolukugiro wezali empeta, ebifo ebyemisituliro gisitule-
15 nga emeza. Nakola emisituliro egyomuti gwa sita,

nagibikako zabu, okusitulanga emeza. Nakola 16
ebintu ebyaberanga ku meza, esawani zayo,
nobukai bwayo, nebibya byayo, nensuwa zayo,
okufuka nabyo, ne zabu enungi.

Nakola ekikondo ekya zabu enungi: yakola 17
ekikondo neyawesebwa, entolo yakyo, nomukonda
gwakyo; obubya bwakyo, nemitwe gyakyo, nebi-
muli byakyo byali bya zabu emu nakyo: era 18
amatabi mukaga gava ku mbirizi zakyo; amatabi
asatu agekikondo (gava) ku lubirizi lwakyo olumu,
namatabi asatu agekikondo (gava) ku lubirizi lwa-
kyo olwokubiri: obubya busatu obufanana ngebi- 19
muli bya kaluwa mu tabi limu, omutwe nekimuli;
nobubya busatu obufanana ngebimuli bya kaluwa
mu tabi eryokubiri, omutwe nekimuli: bwekityo
mu matabi mukaga agava ku kikondo. Ne mu 20
kikondo mwalimu obubya buna obufanana ngebi-
muli bya kaluwa, emitwe gyabwo nebimuli bya-
bwo: nomutwe gwali wansi wamatabi abiri agali 21
ga zabu emu nagwo, nomutwe wansi wamatabi
abiri agali ga zabu emu nagwo, nomutwe wansi wa-
matabi abiri agali ga zabu emu nagwo, mu matabi
omukaga agakivako. Emitwe gyago namatabi 22
gagyo byali bya zabu emu nakyo: kyona kyali mu-
limu muwese ogumu ogwa zabu enungi. Nakola 23
ebyetabaza byakyo, omusanvu, ne magalo wakyo,
nesawani zakyo ezebisiriza, ne zabu enungi. Yaki- 24
kola ne talanta eya zabu enungi, nebintu byakyo
byona.

Nakola ekyoto ekyokwoterezangako obubane 25
ekyomuti gwa sita: obuwanvu bwakyo bwali omu-
kono, nobugazi bwakyo omukono, okwenkana-
nkana enjuwi zona; nobugulumivu bwakyo bwali
emikono ebiri; amayembe gakyo gali ga muti
gumu nakyo. Nakibikako zabu enungi, wagulu 26
wakyo, nenjuwi zakyo okwetolola, namayembe
gakyo: nakikolako engule eya zabu okwetolola.
Nakikolako empeta biri eza zabu wansi wengule 27

yakyo, mu mbirizi zakyo zombi, ku njuwi zakyo zombi, okuba ebifo ebyemisituliro okukisi-
28 tulirangako. Nakola emisituliro nomuti gwa sita,
29 nagibikako zabu. Nakola amafuta amatukuvu agokufukangako, nobubane obulongofu obwebyakalosa ebiwomerevu, ngamagezi agomukozi womugavu bwegali.

38

1 Nakola ekyoto ekyokwokerangako ebiwebwayo ekyomuti gwa sita: obuwanvu bwakyo bwali emikono etano, nobugazi bwakyo emikono etano, okwenkanankana enjuwi zona; nobugulumivu
2 bwakyo emikono esatu. Nakola amayembe gakyo ku nsonda zakyo enya; amayembe gakyo gali ga mulimu gumu nakyo: nakibikako ekikomo.
3 Nakola ebintu byona ebyekyoto, entamu, nobukai, nebibya, nebyokukwasa enyama, nemumbiro:
4 ebintu byakyo byona yabikola nebikomo. Nakikolera ekyoto ekitindiro ekyekikomo ekirukibwa, wansi womuziziko ogukyetolola wansi, nakitusa
5 wakati mu bugulumivu obwekyoto. Nafumbira empeta nya ensonda enya ezekitindiro ekyeki-
6 komo, okuba ebifo ebyemisituliro. Nakola emisituliro egyomuti gwa sita, nagibikako ebikomo.
7 Naingiza emisituliro mu mpeta ezokumbirizi ezekyoto, okukisitulirangako; yakikola nembawo nga kirina ebanga munda.
8 Nakola ekyokunabirangamu ekyekikomo, nentobo yakyo ya kikomo, nendabirwamu ezabakazi abawereza abawerezanga ku mulyango ogwewema eyokusisinkanirangamu.
9 Nakola olugya: ebyatimbibwa ebyolugya ebyoluwi olwobukika obwadyo ebukika obwadyo byali bya bafuta enungi erangidwa, emikono kikumi:
10 empagi zabyo zali amakumi abiri, nebinya byazo amakumi abiri, ebyebikomo; ebikwaso ebyempagi

nemiziziko gyazo byali bya feza. Nebyoluwi 11
olwobukika obwa kono emikono kikumi, empagi
zabyo amakumi abiri, nebinya byazo amakumi
abiri, ebyebikomo; ebikwaso ebyempagi nemizi-
ziko gyazo bya feza. Nebyatimbibwa ebyoluwi 12
olwebugwanjuba bya mikono atano, empagi zabyo
kumi, nebinya byazo kumi; ebikwaso ebyempagi
nemiziziko gyazo bya feza. Nebyoluwi olwebu- 13
vanjuba ku buvanjuba emikono atano. Ebyati- 14
mbibwa ebyokuluwi olumu (oluliko omulyango)
byali bya mikono kumi netano; empagi zabyo
satu, nebinya byazo satu; noluwi olulala bwe-
rutyo; eruwi neruwi ku mulyango ogwolugya 15
waliwo ebyatimbibwa ebyemikono kumi netano;
empagi zabyo satu, nebinya byazo satu. Ebyati- 16
mbibwa byona ebyolugya ebyenjuwi zona byali
bya bafuta enungi erangidwa. Nebinya ebye- 17
mpagi byali bya bikomo; ebikwaso ebyempagi
nemiziziko gyazo bya feza; nemitwe gyazo gya-
bikibwako feza; nempagi zona ezolugya zatekebwako emiziziko gya feza. Nakatimba akolugi 18
olwolugya kali mulimu gwa mudaliza, ka kaniki,
nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta
enungi erangidwa: nobuwanvu bwako bwali
emikono abiri, nobugulumivu mu bugazi bwako
bwali emikono etano, okwenkanankana nebya-
timbibwa ebyolugya. Nempagi zabyo zali nya, 19
nebinya byazo bina, ebyebikomo; ebikwaso byazo
bya feza, nebyokubika ku mitwe gyazo nemiziziko
gyazo bya feza. Neninga zona ezewema, nezolu- 20
gya okwetolola, byali bya bikomo.

Guno gwe muwendo (ogwebintu) ebyewema, ye 21
wema eyobujulizi, nga bwebyabalibwa nga Musa
bweyalagira, olwokuwereza Kwabalevi, mu mu-
kono gwa Isamala, omwana wa Aloni kabona. Ne 22
Bezaleri, omwana wa Uli, omwana wa Kuli, owe-
kika kya Yuda, ye yakola byona Mukama byeya-
lagira Musa. Era wamu naye waliwo Okoliabu, 23

omwana wa Akisamaka, owekika kya Dani, omusazi wamainja, era omukozi owamagezi, era omudaliza wa kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi.

24 Zabu yona gyebakoza omulimu mu mulimu gwona ogwawatukuvu, ye zabu eyekiwebwayo, yali talanta abiri mu mwenda, ne sekeri lusanvu mwamakumi asatu, nga sekeri eyawatukuvu
25 bweri. Nefeza ezabo ababalibwa abekibina yali talanta kikumi, ne sekeri lukumi mu lusanvu mu nsanvu mu tano, nga sekeri eyawatukuvu bweri:
26 buli muntu beka emu, kye kitundu kya sekeri, nga sekeri eyawatukuvu bweri, buli muntu eyaita okugenda mwabo ababalidwa, abakamala emyaka abiri oba kusukawo, abantu obusirivu mukaga
27 mwenkumi satu mu bitano mwatano. Ne talanta kikumi eza feza zali za kufumba ebinya ebyawatukuvu, nebinya ebyegigi; ebinya kikumi (byava)
28 mu talanta kikumi, buli kinya talanta. Ne (sekeri) lukumi mu lusanvu mu nsanvu mu tano nazikoza ebikwaso ebyempagi, nabika ku mitwe
29 gvazo, nazikolako emiziziko. Nebikomo ebyekiwebwayo byali etalanta nsanvu, ne sekeri
30 enkumi biri mu bina. Nabyo nabikoza ebinya ebyolugi olwewema eyokusisinkanirangamu, nekyoto ekyekikomo, nekitindiro kyakyo ekye-
31 kikomo, nebintu byona ebyekyoto, nebinya ebyolugya okwetolola, nebinya ebyolugi olwolugya, neninga zona ezewema, neninga zona ezolugya okwetolola.

39

1 Ne kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, nebabikoza ebyambalo ebyalangibwa obulungi, ebyokuwererezangamu mu watukuvu, nebakolera ebyambalo ebitukuvu Aloni; Mukama nga bweyamulagira Musa.

Nakola ekanzu eya zabu, ne kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi erangidwa. Nebawesa zabu, nebagifula ebipapi, nebagikomolamu obunyere, okugitunga mu kaniki, ne mu lugoye olwefulungu, ne mu lumyufu, ne mu bafuta enungi, omulimu ogwomukozi owamagezi. Nebagikolako ebyokubibegabega ebyagatibwa: yagatibwa ku nsonda zayo zombi. Nolukoba olwalangibwa namagezi, olwagiriko, okugisibyanga, lwali lwa lugoye lumu nayo era omulimu gwalwo gwafanana nga yo; lwa zabu, ne kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi erangidwa; nga Mukama bweyamulagira Musa.

Nebalongosa amainja aga onuku, negaingizibwa mu mapesa aga zabu, negasalibwako ngakabonero bwekasalibwa, ngamanya gabana ba Isiraeri bwegali. Nagateka ku byokubibegabega ebyekanzu, okuba amainja agokujukizanga eri abana ba Isiraeri; nga Mukama bweyamulagira Musa.

Nakola ekyomukifuba, omulimu ogwomukozi owamagezi, okufanana ngomulimu ogwekanzu; kya zabu, ne kaniki, nolugoye olwefulungu, nolumyufu, ne bafuta enungi erangidwa. Kyenkanankana enjuwi zona; ekyomukifuba bakifunyamu: obuwanvu bwakyo luta, nobugazi bwakyo luta, nga kifunyidwamu. Nebakitekamu enyiriri nya ezamainja: olunyiriri olwa sadio, ne topazi, ne kabunkulo lwe lwali olunyiriri olwoluberyeberye. Nolunyiriri olwokubiri ejinja erya nawandagala, safiro, ne alimasi. Nolunyiriri olwokusatu yakinso, sebu, ne amesusito. Nolunyiriri olwokuna berulo, onuku, ne yasipero: getolozebwa zabu wegatonebwa. Amainja negaba ngamanya gabana ba Isiraeri, ekumi nabiri, ngamanya gabwe; ngakabonero bwekasalibwa, buli muntu ngerinyalye, ebika ekumi nebibiri. Nebakola ku kyomukifuba obujegere ngemigwa,

obwomulimu ogulangibwa ogwa zabu enungi.
16 Nebakola amapesa abiri aga zabu, nempeta biri
eza zabu ; nebateka empeta ebiri ku nsonda zombi
17 ezekyomukifuba. Nebateka obujegere bwombi
obwa zabu obulangibwa ku mpeta zombi ku nko-
18 merero ezekyomukifuba. Nenkomerero zombi
endala ezobujegere bwombi obulangibwa nebazi-
teka ku mapesa gombi, nebagateka ku byokubi-
begabega ebyekanzu, ku luwi lwayo olwomumaso.
19 Nebakola empeta biri eza zabu, nebaziteka ku
nsonda zombi ezekyomukifuba, ku ma bali ga-
20 kyo agali ku luwi olwekanzu munda. Nebakola
empeta biri eza zabu, nebaziteka ku byokubibega-
bega byombi ebyekanzu wansinsi, ku luwi lwayo
olwomumaso, kumpi nolukindo lwayo, wagulu
21 wolukoba olwekanzu olulukibwa namagezi. Ne-
basiba ekyomukifuba nempeta zakyo nempeta
ezekanzu nakagoye aka kaniki, kibere ku lukoba
olwekanzu olulangibwa namagezi, era ekyomuki-
fuba kireme okusumululwanga ku kanzu; nga
Mukama bweyamulagira Musa.
22 Nakola omunagiro ogwomukanzu gwa mulimu
23 ogulangibwa, gwa kaniki gwona ; nekituli ekyo-
munagiro wakati mugwo, ngekituli ekyekizibawo
ekyekyuma, nga guliko olukugiro okwetolola eki-
24 tuli kyagwo, guleme okuyuzibwa. Nebakola ku
birenge byomunagiro amakomamawanga aga ka-
niki nagefulungu, nagolumyufu, naga (bafuta)
25 erangidwa. Nebakola endege eza zabu enungi,
nebateka endege wakati wamakomamawanga ku
birenge byomunagiro okwetolola, wakati wama-
26 komamawanga ; endege nekomamawanga, endege
nekomamawanga, ku birenge byomunagiro okwe-
tolola, okuwererezangamu ; nga Mukama bweya-
mulagira Musa.
27 Nebakolera ebizibawo ebya bafuta enungi ebyo-
28 mulimu ogulangibwa Aloni, nabanabe, nekiremba
ekya bafuta enungi, nenkufira enungi eza bafuta

enungi, ne seruwale eza bafuta enungi erangidwa, 29
nolukoba olwa bafuta enungi erangidwa, ne kaniki,
nolugoye olwefulungu, nolumyufu, omulimu ogwo-
mudaliza ; nga Mukama bweyamulagira Musa.
Nebakola akapande akokungule entukuvu aka 30
zabu enungi, nebakawandikako ebigambo, nge-
biwandikibwa ku kabonero, nti Omutukuvu eri
Mukama. Nebakasibako akagoye aka kaniki, oku- 31
kasiba ku kiremba wagulu ; nga Mukama bwe-
yamulagira Musa.
Bwegutyo omulimu gwona ogwenyumba eye- 32
wema eyokusisinkanirangamu negugwa: era abana
ba Isiraeri bakola nga byona Mukama byeyamu-
lagira Musa, bwebakola bwebatyo.
Nebagiretera Musa enyumba, Ewema, nebintu 33
byayo byona, ebikwaso byayo, nembawo zayo, ne-
miti gyayo, nempagi zayo, nebinya byayo ; nekyo- 34
kubikako ekyamaliba gendiga eza sedume ama-
nyike amamyufu, nekyokubikako ekyamaliba
geng'onge, negigi eryawulamu ; esanduke eyobu- 35
julizi, nemisituliro gyayo, nentebe eyokusasira ;
emeza, nebintu byayo byona, nemigati egyoku- 36
laga ; ekikondo ekirongofu, ebyetabaza byakyo, 37
bye byetabaza ebyokulongosebwanga, nebintu bya-
kyo byona, namafuta agetabaza ; nekyoto ekya 38
zabu, namafuta agokufukangako, nobubane obu-
womerevu, nakatimba akolugi olwewema; ekyoto 39
ekyekikomo, nekitindiro kyakyo ekyekikomo,
emisituliro gyakyo, nebintu byakyo byona, ekyo-
kunabirangamu nentobo yakyo ; ebyokutimba 40
ebyolugya, empagi zalwo, nebinya byalwo, naka-
timba akolugi olwolugya, emigwa gyalwo, neni-
nga zalwo, nebintu byona ebyokuwereza okwo-
munyumba, ebyewema eyokusisinkanirangamu ;
ebyambalo ebyakolebwa obulungi ebyokuwerere- 41
zangamu mu watukuvu, nebyambalo ebitukuvu
eby'a Aloni kabona, nebyambalo ebyabanabe, oku-
werezanga mu bwakabona. Nga byona Mukama 42

byeyamulagira Musa, bwebatyo abana ba Isiraeri
43 bwebakola omulimu gwona. Musa nalaba omulimu gwona, era, laba, bali nga bagumaze; nga Mukama bweyalagira, bwebatyo bwebali bagukolede dala: Musa nabasabira omukisa.

40

1, 2 Mukama namugamba Musa nti Ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi ogwoluberyeberye olisimba enyumba eyewema eyokusisinkanira-
3 ngamu. Era oligitekamu esanduke eyobujulizi,
4 era olitimba egigi ku sanduke. Era oliingiza emeza, notekateka ebintu ebigiriko; noingiza
5 ekikondo, nokoleza etabaza zakyo. Era oliteka ekyoto ekya zabu ekyokwoterezangako obubane mu maso gesanduke eyobujulizi, notekawo aka-
6 timba akolugi olwewema. Era oliteka ekyoto ekyokwokerangako ebiwebwayo mu maso gomulyango ogwenyumba yewema eyokusisinkanira-
7 ngamu. Era oliteka ekyokunabirangamu wakati wewema eyokusisinkanirangamu nekyoto,
8 nokifukamu ama'zi. Era olisimba olugya okwetolola, notimba akatimba akolugi olwolugya.
9 Era olitwala amafuta agokufukangako, nofuka ku wema, ne ku byona ebirimu, nogitukuza, nebintu byayo byona: era eribera entukuvu.
10 Era oligafukako ku kyoto ekyokwokerangako ebiwebwayo, nebintu byakyo byona, notukuza
11 ekyoto: nekyoto kiribera kitukuvu nyo. Era oligafukako ku kyokunabirangamu nentobo
12 yakyo, nokitukuza. Era olireta Aloni nabanabe ku mulyango ogwewema ey'okusisinkanirangamu,
13 nobanaza nama'zi. Era olimwambaza Aloni ebyambalo ebitukuvu; nomufukako amafuta, no-
14 mutukuza, ampereze mu bwakabona. Era olireta
15 abanabe, nobambaza ebizibawo: nobafukako amafuta, nga bwofuse ku kitabwe, bampereze mu

bwakabona: era bwebalifukibwako amafuta, kiribaberera obwakabona obutalibavako mu mirembe gyabwe gyona. Musa nakola bwatyo: 16
nga byona Mukama byeyamulagira, bweyakola bwatyo.

Awo olwatuka mu mwezi ogwoluberyeberye 17
ogwomwaka ogwokubiri, ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi, ewema nesimbibwa. Musa 18
nasimba ewema, natekawo ebinya byayo, naimiriza embawo zayo, naingiza emiti gyayo, nawangiza empagi zayo. Natimba ewema ku nyumba, 19
nagitekako kungulu ekyokubika ku wema; nga Mukama bweyamulagira Musa. Natwala obu- 20
julizi nabuteka mu sanduke, nasa emisituliro ku sanduke, nateka entebe eyokusasira kungulu ku sanduke: naingiza sanduke mu wema, natimba 21
egigi eryawulamu, nakisa esanduke eyobujulizi; nga Mukama bweyamulagira Musa. Nateka 22
emeza mu wema eyokusisinkanirangamu, ku luwi olwewema olwobukika obwa kono, ebweru wegigi. Nagitekatekako emigati mu maso ga 23
Mukama: nga Mukama bweyamulagira Musa. Nateka ekikondo mu wema eyokusisinkanira- 24
ngamu, mu maso gemeza, ku luwi olwewema olwobukika obwadyo. Nakoleza etabaza mu 25
maso ga Mukama; nga Mukama bweyamulagira Musa. Nateka ekyoto ekya zabu mu wema eyo- 26
kusisinkanirangamu mu maso gegigi: nakyote- 27
rezako obubane obwebyakalosa ebiwomerevu; nga Mukama bweyamulagira Musa. Natekawo 28
akatimba akolugi olwewema. Nateka ekyoto 29
ekyokwokerangako ebiwebwayo ku mulyango ogwenyumba eyewema eyokusisinkanirangamu, nakiwako ekiwebwayo ekyokebwa nekiwebwayo ekyobuta; nga Mukama bweyamulagira Musa. Nateka ekyokunabirangamu wakati wewema eyo- 30
kusisinkanirangamu nekyoto, nakifukamu ama'zi, okunabiramu. Musa ne Aloni nabanabe neba- 31

kinabirangamu engalo zabwe nebigere byabwe;
32 bwebaingiranga mu wema eyokusisinkaniranga-
mu, era bwebasembereranga ekyoto, banabanga:
33 nga Mukama bweyamulagira Musa. Nasimba
olugya okwetolola ewema nekyoto, natimba aka-
timba akolugi olwolugya. Bwatyo Musa namala
omulimu.
34 Ekire nekiryoka kibika ku wema eyokusisinka-
nirangamu, nekitibwa kya Mukama nekijuza
35 enyumba. Musa natainza kuingira mu wema
eyokusisinkanirangamu, kubanga ekire kyagitu-
lako, nekitibwa kya Mukama nekijuza enyumba.
36 Era ekire bwekyagyibwanga ku wema, abana ba
Isiraeri nebatambulanga, mu lugendo lwabwe
37 lwona: naye ekire bwekitagyibwangako, nebata-
tambulanga okutusa ku lunaku lwekyagyibwa-
38 ngako. Kubanga ekire kya Mukama kyaberanga
ku wema emisana, nekiro nemubangamu omuliro,
mu maso genyumba ya Isiraeri yona, mu lugendo
lwabwe lwona.

EKITABO

KYA MUSA EKYOKUSATU, KYEBAITA

EBYABALEVI.

1

Awo Mukama nakowola Musa nayogerera naye 1
mu wema eyokusisinkanirangamu ngagamba nti
Yogera nabana ba Isiraeri obagambe nti Omuntu 2
yena kumwe bwawangayo ekitone eri Mukama,
munakiwangayo okukigya ku nsolo, kunte ne ku
mbuzi.

Obanga awayo ekiwebwayo ekyokebwa kunte, 3
anawangayo nume eteriko bulema: anagiwerangayo ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, alyoke akirizibwe mu maso ga Mukama. Era anatekanga engaloze ku mutwe gwekiwe- 4
bwayo ekyokebwa; awo enemukiririzibwanga okumutangirira. Awo ana'tiranga ente mu maso 5
ga Mukama: nabana ba Aloni, bakabona, banaletanga omusai, era banamansiranga omusai ku kyoto enjuwi zona ekiri ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Awo anabaganga eki- 6
webwayo ekyokebwa era anakisalangamu ebitundu byakyo. Awo abana ba Aloni kabona 7
banatekanga omuliro ku kyoto, nebatindikira enku ku muliro: awo abana ba Aloni, bakabona, 8
banatekatekanga ebifi, omutwe namasavu, kunku

9 eziri ku muliro oguli ku kyoto: naye ebyenda byayo namagulu gayo ananazanga nama'zi: awo kabona anayokeranga byona ku kyoto, okuba ekiwebwayo ekyokebwa ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama.

10 Era obanga awayo ku mbuzi, ku ndiga oba ku mbuzi, okuba ekiwebwayo ekyokebwa; anawanga-
11 yo nume eteriko bulema. Era anagi'tiranga ku luwi lwekyoto olwobukika obwa kono mu masoga Mukama: nabana ba Aloni, bakabona, banamansiranga omusai gwayo ku kyoto enjuwi zona.
12 Awo anagisalangamu ebifi byayo, awamu nomutwe gwayo namasavu gayo: awo kabona anabitekatekanga kunku eziri ku muliro oguli ku kyoto:
13 naye ebyenda namagulu anabinazanga nama'zi: awo kabona anawangayo yona, anagyokeranga ku kyoto: kye kiwebwayo ekyokebwa ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, eyevumbe edungi eri Mukama.

14 Era obanga awayo eri Mukama ekiwebwayo ekyokebwa ekyenyonyi, anawangayo bukamuku-
15 kulu oba amaiba amato. Awo kabona anakaletanga eri ekyoto, nakanyola omutwe nagumenyako, nakokera ku kyoto; nomusai gwako
16 gunatonyeranga ku mabali gekyoto: awo anagyangamu ekisakiro kyako awamu nempitambi yakyo, nakisula ku mabali gekyoto ku luwi olwe-
17 buvanjuba, mu kifo ekye'vu: era anakayuzanga nebiwawatiro byako, takasalangamu: awo kabona anakokeranga ku kyoto, kunku eziri ku muliro: kye kiwebwayo ekyokebwa, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama.

2

1 Era omuntu yena bwawangayo ekitone ekyobu'ta obuwebwayo eri Mukama ekitonekye kina-

banga kya bu'ta bulungi; era anabufukangako amafuta nabutekako omugavu: awo anakireteranga abana ba Aloni bakabona: naye anakigyangamu olubatulwe olwobuta obulungi bwakyo nolwamafuta gakyo, awamu nomugavu gwakyo gwona; awo kabona anabwokyanga (okuba) ekijukizo kyakyo ku kyoto, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama: nekyo ekifi'kawo ku kiwebwayo ekyobuta kinabanga kya Aloni nabanabe: kye kintu ekitukuvu enyo ku biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro.

Era bwowangayo ekitone ekyobuta obuwebwayo obwokedwa mu kabiga, kiriba emigati egitazimbulukuswa egyobuta obulungi obutabudwamu amafuta, oba egyempewere egitazimbulukuswa egisigibwako amafuta. Era obanga owayo ekitone ekyobuta ekyomukikalango, kinabanga kya buta bulungi obutazimbulukuswa obutabudwamu amafuta. Onokyawulangamu ebitundu, obifukeko amafuta: kye kiwebwayo ekyobuta. Era obanga owayo ekitone ekyobuta ekyomukikalango, kinakolebwanga nobuta obulungi wamu namafuta. Awo onoletanga ekiwebwayo ekyobuta ekikolebwa nebyo eri Mukama: awo kinaleterwanga kabona, naye anakitwalanga eri ekyoto. Awo kabona analobolanga ku kiwebwayo ekyobuta ekijukizo kyakyo, anakyokeranga ku kyoto: ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama. Nekyo ekinafi'kangawo ku kiwebwayo ekyobuta kinabanga kya Aloni nabanabe: kye kintu ekitukuvu enyo ku biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro. Tewabangawo kiwebwayo kya buta, kyemunawangayo eri Mukama, ekikolebwa nekizimbulukusa: kubanga temwokyanga ekizimbulukusa kyona, newakubade omubisi gwenjuki gwona, okuba ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama. Ebyo munabiwangayo eri Mukama okuba ekitone ekyebiberye-

berye : naye tebirinyisibwanga ku kyoto okuba
13 evumbe edungi. Era buli kitone ekyobuta bwonowangayo onokirungangamu omunyo ; so tokirizanga kyowayo ekyobuta okubulwa omunyo ogwendagano ya Katondawo : awamu nebitonebyo byona onowangayo omunyo.
14 Era obanga owayo ekiwebwayo ekyobuta ekyebiberyeberye eri Mukama, onowangayo okuba ekiwebwayo ekyobuta ekyebiberyeberyebyo eng'ano (ngekyali) ku birimba eyokebwa nomuliro, eng'ano
15 embetentere ku birimba ebibisi. Awo onogifukangako amafuta, era onogitekangako omugavu: ekyo
16 kye kiwebwayo ekyobuta. Era kabona anayokyanga ekijukizo kyakyo, ekitundu kyeng'ano yakyo embetente, nekitundu kyamafuta gakyo, wamu nomugavu gwakyo gwona : kye kiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama.

3

1 Era obanga awayo sadaka eyebiwebwayo olwemirembe ; bwanawangayo kunte, oba nume oba nkazi, anawangayo eteriko bulema mu maso ga
2 Mukama. Awo anatekanga engaloze ku mutwe gwayo gyawayo, nagi'tira ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu : awo abana ba Aloni bakabona banamansiranga omusai ku kyoto enju-
3 wi zona. Era anawangayo ku sadaka eyebiwebwayo olwemirembe ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama ; amasavu agabika ku
4 byenda namasavu gona agali ku byenda, nensigo zombi, namasavu agaziriko, agalirana nekiwato nekisenge (ekiri) ku kibumba, awamu nensigo,
5 anabigyangako. Awo abana ba Aloni banagokeranga ku kyoto ku kiwebwayo ekyokebwa ekiri kunku eziri ku muliro : kye kiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama.

Era obanga awayo sadaka eyebiwebwayo olwemirembe eri Mukama ku mbuzi; oba nume oba nkazi, anagiwangayo nga teriko bulema. Bwanawangayo omwana wendiga okuba ekitonekye, anagiwerangayo mu maso ga Mukama: awo anatekanga engaloze ku mutwe gwekitonekye, nagi'tiranga mu maso gewema eyokusisinkanirangamu: awo abana ba Aloni banamansiranga omusai gwayo ku kyoto enjuwi zona. Era anawangayo ku sadaka eyebiwebwayo olwemirembe ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama; amasavu gayo, omukira ogwa sava omulamba, anagusaliranga kumpi nomugongo; namasavu agabika ku byenda, namasavu gona agali ku byenda, nensigo zombi, namasavu agaziriko, agalirana nekiwato, nekisembe ekiri ku kibumba, awamu nensigo, anabigyangako. Awo kabona anagokeranga ku kyoto: kye kyokulya ekyekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama.

Era obanga awayo embuzi, anagiwerangayo mu maso ga Mukama: awo anatekanga engaloze ku mutwe gwayo, nagi'tira mu maso gewema eyokusisinkanirangamu: awo abana ba Aloni banamansiranga omusai gwayo ku kyoto enjuwi zona. Awo anawangayo kuyo ekitonekye, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama; amasavu agabika ku byenda, namasavu gona agali ku byenda, nensigo zombi, namasavu agaziriko, agalirana nekiwato, nekisembe ekiri ku kibumba, awamu nensigo, anabigyangako. Awo kabona anabyokeranga ku kyoto: kye kyokulya ekyekiwebwayo ekikolebwa nomuliro olwevumbe edungi: amasavu gona ga Mukama. Lino linabanga eteka eritajulukuka emirembe gyamwe gyona mu nyumba zamwe zona, obutalyanga ku masavu newakubade omusai.

o

4

1, 2 MUKAMA nagamba Musa ngayogera nti Babulire
abana ba Isiraeri ngoyogera nti Omuntu yena
bwanayononanga nga tamanyiride, mu kigambo
kyona kwebyo Mukama byeyalagira obutabiko-
3 langa, namala akola kyona kwebyo: kabona
eyafukibwako amafuta bwanayononanga nokuleta
naletera abantu omusango; awo awengayo olweki-
bikye kyayononye ente enume envubuka eteriko
bulema eri Mukama okuba ekiwebwayo olwekibi.
4 Awo analetanga ente eri omulyango gwewema
eyokusisinkanirangamu mu maso ga Mukama;
awo anatekanga engaloze ku mutwe gwente,
5 na'tira ente mu maso ga Mukama. Awo kabona
eyafukibwako amafuta anatolanga ku musai
gwente, naguleta eri ewema eyokusisinkanira-
6 ngamu: awo kabona ananyikanga engaloye mu
musai, namansira ku musai emirundi musanvu
mu maso ga Mukama, mu maso gegigi lyawatu-
7 kuvu. Awo kabona anasiganga ku musai ku
mayembe gekyoto ekyokwoterezangako ebyaka-
losa mu maso ga Mukama, ekiri mu wema eyoku-
sisinkanirangamu; nomusai gwona ogwente
anaguyiwanga ku ntobo yekyoto ekiwerwangako
ebyokebwa ekiri ku mulyango gwewema eyoku-
8 sisinkanirangamu. Namasavu gona agente eyeki-
webwayo olwekibi anagigyangako; amasavu
agabika ku byenda, namasavu gona agali ku
9 byenda, nensigo zombi, namasavu agaziriko, aga-
lirana nekiwato, nekisembe ekiri ku kibumba,
10 awamu nensigo, anabigyangako, nga bwegagyibwa
kunte eya sadaka eyebiwebwayo olwemirembe:
awo kabona anabyokeranga ku kyoto ekiwerwa-
11 ngako ebyokebwa. Nediba lyente, nenyama yayo
yona, wamu nomutwe gwayo, namagulu gayo,
12 nebyenda byayo, nobusa bwayo, ente yona ana-

gitwalanga ebweru wolusisira eri ekifo ekirongofu, evu werifukwa, agyokyenga nomuliro kunku: evu werifukwa eyo gyeneyokerwanga.

Era obanga ekibina kyona ekya Isiraeri kina- 13
sobyanga, ekigambo nekikwekebwa mu maso
gekibina, era nga bakoze ekigambo kyona kwebyo
Mukama byeyalagira obutabikolanga, era nga
baziza omusango; ekibi kyebononye bwekina- 14
manyibwanga, awo ekibina kinawangayo ente
enume envubuka okuba ekiwebwayo olwe-
kibi, nebagiretanga mu maso gewema eyoku-
sisinkanirangamu. Awo abakade bekibina banate- 15
kanga engalo zabwe ku mutwe gwente mu maso
ga Mukama: neba'tira ente mu maso ga Mukama.
Awo kabona eyafukibwako amafuta analetanga 16
ku musai gwente eri ewema eyokusisinkanira-
ngamu: awo kabona ananyikanga engaloye mu 17
musai, nagumansira emirundi musanvu mu maso
ga Mukama, mu maso gegigi. Awo anasiganga ku 18
musai ku mayembe gekyoto ekiri mu maso ga
Mukama, ekiri mu wema eyokusisinkanirangamu,
nomusai gwona anaguyiwanga ku ntobo yekyoto
ekiwerwako ebyokebwa, ekiri ku mulyango gwe-
wema eyokusisinkanirangamu. Namasavu gayo 19
gona anagagigyangako, nagokera ku kyoto.
Bwatyo bwanakolanga ente; nga bweyakola ente 20
eyekiwebwayo olwekibi, bwatyo bwanakolanga
eno: ne kabona anabatangiriranga, bo nebaso-
nyibwa. Awo anatwalanga ente ebweru wolusi- 21
sira, nagyokya nga bweyayokya ente eyoluberye-
berye: kye kiwebwayo olwekibi olwekibina.

Omukulu yena bwayononanga, nakola nga 22
tamanyiride ekigambo kyona kyona kwebyo
byona Mukama Katondawe byeyalagira obutabi-
kolanga, era ngaziza omusango; ekibi kyayo- 23
nonye bwanakitegezebwanga, analetanga embuzi
okuba ekitonekye, enume eteriko bulema; awo 24
anatekanga engaloze ku mutwe gwembuzi, nagi-

'tira mu kifo mweba'tira ekiwebwayo ekyokebwa
mu maso ga Mukama: kye kiwebwayo olwekibi.
25 Awo kabona anatolanga nengaloye ku musai
ogwekiwebwayo olwekibi, nagusīga ku mayembe
gekyoto ekiwerwako ebyokebwa, nomusai gwayo
anaguyiwanga ku ntobo yekyoto ekiwerwako
26 ebyokebwa. Namasavu gayo gona anagokeranga
ku kyoto, ngamasavu aga sadaka eyebiwebwayo
olwemirembe: awo kabona anamutangiriranga
olwekibikye, naye anasonyibwanga.
27 Era obanga omuntu yena ku bantu abomunsi
ayonona nga tamanyiride, ngakola ekigambo kyona
kwebyo Mukama byeyalagira obutabikolanga, era
28 ngaziza omusango; ekibikye kyayononye bwana-
kitegezebwanga, awo analetanga embuzi okuba
ekitonekye, enkazi eteriko bulema, olwekibi kya-
29 yononye. Awo anatekanga engaloze ku mutwe
gwekiwebwayo olwekibi, na'tira ekiwebwayo olwe-
30 kibi mu kifo ekyekiwebwayo ekyokebwa. Awo
kabona anatolanga nengaloye ku musai gwayo,
nagusīga ku mayembe gekyoto ekiwerwako ebyo-
kebwa, nomusai gwayo gwona anaguyiwanga ku
31 ntobo yekyoto. Namasavu gayo gona anagagya-
ngako, ngamasavu bwegagyibwa ku sadaka eye-
biwebwayo olwemirembe; awo kabona anagoke-
ranga ku kyoto okuba evumbe edungi eri Mukama;
era kabona anamutangiriranga, naye anasonyi-
bwanga.
32 Era obanga aleta omwana wendiga okugiwayo
okuba ekiwebwayo olwekibi, analetanga enkazi
33 eteriko bulema. Awo anatekanga engaloze ku
mutwe gwekiwebwayo olwekibi, nagi'tira okuba
ekiwebwayo olwekibi mu kifo mweba'tira ekiwe-
34 bwayo ekyokebwa. Awo kabona anatolanga neng-
aloye ku musai gwekiwebwayo olwekibi, naguteka
ku mayembe gekyoto ekiwerwako ebyokebwa, no-
musai gwayo gwona anaguyiwanga ku ntobo yekyo-
35 to: namasavu gayo gona anagagyangako, ngama-

savu gomwana wendiga bwegagyibwa ku sadaka eyebiwebwayo olwemirembe; awo kabona anabyokeranga ku kyoto, ku biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro: awo kabona anamutangiriranga olwekibi kyayononye, naye anasonyibwanga.

5

Era obanga omuntu yena ayonona, ngawulira 1
edobozi eryokulaiza, obanga mujulirwa, obanga yalaba obanga yamanya, bwatakyogerenga, awo anabangako obubibwe: era obanga omuntu yena 2
akoma ku kintu ekitali kirongofu, oba mulambo gwensolo eyomunsiko eteri nongofu, oba mulambo gwensolo eyomunyumba eteri nongofu, oba mulambo gwebyewalula ebitali birongofu, naye ngakwekedwa, naba atali mulongofu, awo ngaliko omusango: era obanga akoma ku butali bulongofu 3
bwomuntu, bwona bwona obumufula atali mulongofu, naye ngakwekedwa; bwalikimanya, awo ngaliko omusango: era obanga omuntu yena 4
alaira mangu nemimwagye okukola obubi, oba okukola obulungi, ekintu kyona omuntu kyanayogeranga amangu nekirairo, naye ngakwekedwa; bwalikimanya, awo ngaliko omusango mu kimu ku (bigambo) ebyo: awo olulituka bwalibako omu- 5
sango mu kimu kwebyo, awo alyatula ekigambo kyeyayonona: awo alireta ekyo kyawayo olwo- 6
musango eri Mukama olwekibi kyayononye, enkazi eyomumbuzi, omwana wendiga oba mbuzi, okuba ekiwebwayo olwekibi; ne kabona anamutangiriranga olwekibikye. Era obanga ebintubye 7
bitono nokuinza natainza mwana wa ndiga, awo analetanga eri Mukama (okuba) ekyo kyawayo olwomusango olwekigambo kyayononye, bukamukukulu bubiri, oba maiba amato abiri; akamu ka kiwebwayo kya kibi, akokubiri ka kiwebwayo

8 ekyokebwa. Awo anabuletanga eri kabona, naye anasokanga okuwayo akekiwebwayo olwekibi, nanyola omutwe gwako ku bulago bwako, naye
9 natakasalamu: awo anamansiranga ku musai gwekiwebwayo olwekibi ku mabali gekyoto; nomusai gwona ogusigadewo gunatonyezebwanga ku ntobo yekyoto: kye kiwebwayo olwekibi.
10 Era anawangayo akokubiri okuba ekiwebwayo ekyokebwa, ngekiragiro bwekiri: ne kabona anamutangiriranga olwekibi kyayononye, naye anasonyibwanga.
11 Naye obanga ebintubye bitono nokuinza natainza bukamukukulu bubiri, newakubade amaiba amato abiri, awo analetanga okuba ekitonekye olwekigambo kyayononye, ekitundu ekyekumi ekya efa yobuta obulungi, okuba ekiwebwayo olwekibi; tatekangako mafuta, so tatekangako mugavu: kubanga kye kiwebwayo olwekibi.
12 Awo anabuletanga eri kabona, kabona nabutolako olubatulwe okuba ekijukizo kyabwo, nabwokera ku kyoto, ku biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro: kye kiwebwayo olwekibi.
13 Ne kabona anamutangiriranga olwekibi kyayononye mu bigambo ebyo byona, naye anasonyibwanga: (nekitundu ekinafi'kangawo) kinabanga kya kabona, ngekiwebwayo ekyobuta.
14, 15 Mukama nagamba Musa nti Omuntu yena bwasobyanga, nayonona nga tamanyiride mu bigambo ebitukuvu ebya Mukama; awo analetanga eri Mukama ekyo kyawayo olwomusango, endiga enume eteriko bulema eyomundiga, nga bwonosaliranga feza mu sekeri, nga sekeri eyomu-
16 watukuvu bweri, okuba ekiwebwayo olwomusango: era anaga'tanga olwekigambo kyasobeza mu kigambo ekitukuvu, era anakyongerangako ekitundu ekyekumi, nakiwa kabona: ne kabona anamutangiriranga nendiga enume eyekiwebwayo olwomusango, naye anasonyibwanga.

Era omuntu yena bwanayononanga, ngakola 17
ekigambo kyona kwebyo Mukama byeyalagira
obutabikolanga ; newakubade nga yali takimanyi,
naye ngaliko omusango, era anabangako obubi-
bwe. Awo anagyanga endiga enume eteriko 18
bulema mu ndiga, nga bwonosalanga, okuba eki-
webwayo olwomusango nagireta eri kabona : ne
kabona anamutangiriranga olwekigambo kyeyaso-
bya nga tamanyiride natakitegera, naye anaso-
nyibwanga. Kye kiwebwayo olwomusango: 19
mazima ngaliko omusango mu maso ga Mukama.

6

Mukama nagamba Musa nti Omuntu yena 1, 2
bwayononanga, nasobya ku Mukama, nalyazama-
nya muliranwawe mu bigambo ebyokuteresa, oba
mu byokulamulagana, oba mu byokunyaga, oba
bwabanga ajoze muliranwawe ; oba bwabanga 3
azude ekyazawa, nakiryazamanya, nalaira ebyo-
bulimba ; mu kigambo kyona kwebyo byona
omuntu kyakola ngayonona bwatyo ; awo olunа- 4
tukanga bwabanga ayononye era ngaliko omu-
sango, anazangayo ekyo kyeyanyaga, oba kyeya-
funa olwokujoga, oba ekyateresebwa kyebamu-
kwasa, oba ekyazawa kyeyazula, oba ekintu kyona 5
kyeyalairira ngalimba ; anakizangayo kyona, era
anakyongerangako ekitundu kyakyo ekyokutano :
nanyinikyo gwalikiwa ku lunaku lwalirabika
ngaliko omusango. Era analetanga ekyo kya- 6
wayo olwomusango eri Mukama, endiga enume
eteriko bulema mu ndiga, nga bwonosalanga
okuba ekiwebwayo olwomusango, eri kabona : ne 7
kabona anamutangiriranga mu maso ga Mukama,
naye anasonyibwanga ; mu bigambo byona bye-
yali akoze ebimuletako omusango.

8, 9 Mukama nagamba Musa nti Lagira Aloni nabanabe nti Lino lye teka eryekiwebwayo ekyokebwa : ekiwebwayo ekyokebwa kinabanga kunku zakyo ku kyoto, kinasulangako okukesa obude ; era omuliro ogwomukyoto gunakumibwanga
10 omwo obutazikiranga. Era kabona anayambalanga ekyambalokye ekya bafuta, ne seruwaleye eya bafuta anagyambalanga ku mubirigwe ; awo anasitulanga evu erivude mu kiwebwayo ekyokebwa omuliro kyegwokeza ku kyoto, era analite-
11 kanga ku mabali gekyoto. Awo anayambulanga ebyambalobye, nayambala ebyambalo ebirala, natwala evu ebweru wolusisira eri ekifo ekiro-
12 ngofu. Era omuliro (oguli) ku kyoto gunakumibwanga omwo obutazikiranga; era kabona anayokerangako enku buli nkya : era anakitekeratekerangako ekiwebwayo ekyokebwa, era anakyokerangako amasavu agebiwebwayo olwemirembe.
13 Omuliro gunakumibwanga mu kyoto lutata ; teguzikiranga.
14 Era lino lye teka eryekiwebwayo ekyobuta : abana ba Aloni banakiwerangayo mu maso ga
15 Mukama mu maso gekyoto. Era anakitolangako olubatulwe, ku buta obulungi obwekiwebwayo ekyobuta, ne ku mafuta gakyo, nomugavu gwona oguli ku kiwebwayo ekyobuta, nakyokera ku kyoto okuba evumbe edungi, okuba ekijukizo
16 kyakyo eri Mukama. Nekyo ekinafikangawo Aloni nabanabe banakiryanga : kinalirwanga awatali kizimbulukusa mu kifo ekitukuvu ; mu lugya lwewema eyokusisinkanirangamu mweba-
17 nakiriranga. Tekyokebwanga nekizimbulukusa. Mbakiwade okuba omugabo gwabwe ku byange ebiwebwayo ebikolebwa nomuliro ; kye kitukuvu enyo, ngekiwebwayo olwekibi, era ngekiwebwayo
18 olwomusango. Buli musaja ku bana ba Aloni banakiryangako, okuba ebanja enaku zona mu mirembe gyamwe gyona, ku biwebwayo ebya

Mukama ebikolebwa nomuliro: buli anazikomangako anabanga mutukuvu.

Mukama nagamba Musa nti Kino kye ki- 19, 20
tone kya Aloni nabanabe, kyebanawangayo eri Mukama ku lunaku lwalifukirwako amafuta; ekitundu ekyekumi ekya efa yobuta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobuta enaku zona, ekitundu kyabwo enkya, nekitundu kyabwo akawungezi. Ku kikalango kwebunafumbirwanga 21
namafuta; bwebumalanga oku'nyikira, nolyoka obuingiza: onowangayo ekiwebwayo ekyobuta mu bitole ebyokye okuba evumbe edungi eri Mukama. Era kabona eyafukibwako amafuta anabanga 22
mu kifokye owokubanabe yanakiwangayo: kinayo kebwanga kyona eri Mukama olweteka eritalijulukuka enaku zona. Era buli ekiwebwayo 23
ekyobuta ekya kabona kinayokebwanga kyona: tekiribwanga.

Mukama nagamba Musa nti Bagambe Aloni 24, 25
nabanabe nti Lino lye teka eryekiwebwayo olwekibi: mu kifo ekiwebwayo ekyokebwa mwe'kitirwa nekiwebwayo olwekibi mwekina'tirwanga mu maso ga Mukama: kye kitukuvu enyo. Kabona akiwayo olwekibi yanakiryanga: kinali- 26
rwanga mu kifo ekitukuvu, mu lugya lwewema eyokusisinkanirangamu. Buli ekinakomanga ku 27
nyama yakyo kinabanga kitukuvu: era bwekunamansirwanga ku musai gwakyo ku kyambalo kyona, onoyolezanga ekyo ekimansidwako mu kifo ekitukuvu. Naye ekintu ekibumbe mweki- 28
fumbirwa kinayasibwanga: era obanga kifumbidwa mu kintu ekyekikomo, kinasimulwanga era kinayozebwanga nama'zi. Buli musaja ku baka- 29
bona anakiryangako: kye kitukuvu enyo. So 30
tewabanga kiwebwayo lwa kibi, kyebatolako ku musai gwakyo nebaguingiza mu wema eyokusisinkanirangamu okutangirira mu watukuvu, kyebalyako; kinayokebwanga nomuliro.

7

1 Era lino lye teka eryekiwebwayo olwomusa-
2 ngo: kye kitukuvu enyo. Mu kifo mweba'tira
ekiwebwayo ekyokebwa mwebana'tiranga ekiwe-
bwayo olwomusango: nomusai gwakyo anaguma-
3 nsiranga ku kyoto enjuwi zona. Era anawangayo
kukyo amasavu gakyo gona; omukira ogwa sava,
4 namasavu agali ku byenda, nensigo zombi, nama-
savu agaziriko, agalirana ekiwato, nekisembe ekiri
ku kibumba, awamu nensigo, anabigyangako:
5 awo kabona anabyokeranga ku kyoto okuba eki-
webwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama: kye
6 kiwebwayo olwomusango. Buli musaja ku baka-
bona anakiryangako: kinalirwanga mu kifo eki-
7 tukuvu: kye kitukuvu enyo. Ngekiwebwayo
olwekibi bwekiri, nekiwebwayo olwomusango
bwekiri bwekiti: eteka lyabyo limu: kabona
8 anakitangirizanga yanabanga nakyo. Era kabona
awayo ekiwebwayo ekyokebwa ekyomuntu yena,
kabona oyo yanetwaliranga ediba eryekiwebwayo
9 ekyokebwa kyawadeyo. Era buli ekiwebwayo
ekyobuta ekyokerwa mu kabiga, ne byona ebiro-
ngosebwa mu kikalango, ne ku kikalango ekyo-
10 mukabiga, binabanga bya kabona abiwayo. Era
buli ekiwebwayo ekyobuta ekitabulwamu amafuta
oba kikalu, abana ba Aloni bona banabanga
nakyo, buli muntu okwenkana ne mune.
11 Era lino lye teka erya sadaka eyebiwebwayo
olwemirembe omuntu byanawangayo eri Mukama.
12 Obanga agiwayo olwokwebaza, awo anawerangayo
wamu ne sadaka eyokwebaza emigati egitazimbu-
lukuswa egitabudwamu amafuta, negyempewere
egitazimbulukuswa egisigidwako amafuta, nemi-
gati egitabudwamu amafuta, egyobuta obulungi
13 obu'nyikide. Awamu nemigati egizimbulukuswa
bwanawangayo kyawayo wamu ne sadaka eyebi-

webwayo olwemirembe olwokwebaza. Era kuyo 14
anawangayo gumu ku buli kitone okuba ekiwebwayo ekisitulibwa eri Mukama; gunabanga gwa kabona oyo amansira omusai ogwebiwebwayo olwemirembe. Era enyama eya sadaka yebyo 15
byawayo olwemirembe olwokwebaza eneribwanga ku lunaku lwagiwerako; tafisangako okutusa enkya. Naye obanga sadaka gyawayo bweyamo, 16
oba gyawayo kububwe, eneribwanga ku lunaku lwawerako sadakaye: nenkya ekinafi'kangako kinalibwanga: naye ekinafi'kanga ku nyama eya 17
sadaka ku lunaku olwokusatu kinayokebwanga nomuliro. Era obanga enyama yona eya sadaka 18
yebyo byawayo olwemirembe eneribwanga ku lunaku olwokusatu, tekirizibwenga, so temubalirwenga oyo agiwayo: enebanga ya muzizo, nomwoyo ogunagiryangako gunabangako obubibwe. Era enyama ekoma ku kintu kyona ekitali ki- 19
rongofu teribwanga; eneyokebwanga nomuliro. Nenyama eyo, buli mulongofu anagiryangako: naye omwoyo ogunalyanga ku nyama eya sadaka 20
eyebiwebwayo olwemirembe, Mukama ye nanyinibyo, ngaliko obutali bulongofubwe, omwoyo ogwo gunazikirizibwanga mu bantube. Era omu- 21
ntu yena bwanakomanga ku kintu ekitali kirongofu, obutali bulongofu bwomuntu, oba ensolo eteri nongofu, oba ekyomuzizo kyona ekitali kirongofu, nalya ku nyama eya sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, Mukama ye nanyinibyo, omwoyo ogwo gunazikirizibwanga mu bantube.

Mukama nagamba Musa nti Bagambe abaana 22, 23
ba Isiraeri nti Temulyanga ku masavu, agente, newakubade agendiga, newakubade agembuzi. Na- 24
masavu geyo efa yoka namasavu geyo etagulwa ensolo ganabanga ga mirimu mirala gyona: naye okulya temugalyangako na katono. Kubanga buli 25
alya ku masavu gensolo, abantu gyebawayo okuba ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama,

omwoyo ogwo ogunagalyangako gunazikirizibwa-
26 nga mu bantube. So temulyanga ku musai ogwe-
ngeri yona, bweguba ogwenyonyi newakubade
27 ogwensolo, mu nyumba zamwe zona. Buli muntu
yena analyanga ku musai gwona, omwoyo ogwo
gunazikirizibwanga mu bantube.
28, 29 Mukama nagamba Musa nti Bagambe abana
ba Isiraeri nti Awayo sadaka yebyo byawayo
olwemirembe eri Mukama analetanga ekitonekye
eri Mukama ku sadaka yebyo byawayo olwemi-
30 rembe: engaloze ye nyini zinaletanga ebiwebwayo
ebya Mukama ebikolebwa nomuliro; amasavu
nekifuba anabiretanga, ekifuba kiwubibwewubi-
bwe okuba ekiwebwayo ekiwubibwa mu maso ga
31 Mukama. Era kabona anayokeranga amasavu ku
kyoto: naye ekifuba kinabanga kya Aloni naba-
32 nabe. Nekisambi ekyadyo munakiwanga kabona
okuba ekiwebwayo ekisitulibwa ku sadaka zebyo
33 byemuwayo olwemirembe. Oyo ku bana ba
Aloni awayo omusai gwebiwebwayo olwemirembe,
namasavu, yanabanga nekisambi ekyadyo okuba
34 omugabogwe. Kubanga ekifuba ekiwubibwawu-
bibwa nekisambi ekisitulibwa byenziye ku bana
ba Isiraeri ku sadaka zebyo byebawayo olwemi-
rembe, nembibawa Aloni kabona nabanabe, okuba
ebanja emirembe gyona eri abana ba Isiraeri.
35 Ogwo gwe mugabo ogwokufukibwako amafuta
ogwa Aloni, nomugabo ogwokufukibwako amafuta
ogwabanabe, ogugyibwa ku biwebwayo ebya Mu-
kama ebikolebwa nomuliro, ku lunaku lweyaba-
leterako okuwereza Mukama mu bwakabona;
36 Mukama gweyalagira okubawanga abana ba Isi-
raeri, ku lunaku lweyabafukirako amafuta. Lina-
banga banja enaku zona mu mirembe gyabwe
37 gyona. Eryo lye teka eryekiwebwayo ekyokebwa,
eryekiwebwayo ekyobuta, neryekiwebwayo ekye-
kibi, neryekiwebwayo olwomusango, neryokwa-
wula, nerya sadaka eyebiwebwayo olwemirembe;

Mukama lyeyalagira Musa ku lusozi Sinai ku lunaku kweyalagirira abana ba Isiraeri okuwangayo ebitone byabwe eri Mukama, mu lukola lwa Sinai. 38

8

MUKAMA nagamba Musa nti Twala Aloni nabanabe awamu naye, nebyambalo, namafuta agokufukako, nente eyekiwebwayo olwekibi, endiga enume zombi, nekibo ekirimu emigati egitazimbulukuswa; okung'anyize ekibina kyona ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Awo Musa nakola nga Mukama bweyamulagira; ekibina nekikung'anyizibwa ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Musa nagamba ekibina nti Kino kye kigambo Mukama kyeyalagira okukola. Musa naleta Aloni nabanabe, nabanaza nama'zi. Namwambaza ekizibawo, namusiba olukoba, namwambaza omunagiro, namusako ekanzu, namusiba olukoba olwekanzu olwalukibwa namagezi, naginyuweza nolwo. Namusako ekyokukifuba: ne mu kyokukifuba yateka Ulimu ne Sumimu. Namuti'kira enkufira ku mutwe; ne ku nkufira, mu maso gayo, nasako ekipande ekya zabu, engule entukuvu; nga Mukama bweyalagira Musa. Musa nadira amafuta agokufukako, nagafuka ku wema ne ku byona ebyagirimu, nabitukuza. Namansirako ku kyoto emirundi musanvu, nafuka ku kyoto nebintu byakyo byona, nekyokunabirangamu nentobo yakyo, okubitukuza. Nafuka ku mafuta agokufukako ku mutwe gwa Aloni, namufukako amafuta, okumutukuza. Musa naleta abana ba Aloni, nabambaza ebizibawo, nabasiba enkoba, nabasibako ebiremba; nga Mukama bweyalagira Musa. Naleta ente eyekiwebwayo olwekibi: Aloni nabanabe nebateka engalo zabwe ku mutwe gwente eyekiwebwayo olwekibi. Na- 1, 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15

gi'ta; Musa nadira omusai, nagusiga ku mayembe gekyoto enjuwi zona nengaloye, nalongosa ekyoto,
16 nayiwa omusai ku ntobo yekyoto, nakitukuza, okukitangirira. Nadira amasavu gona agali ku
byenda, nekisembe ekyokukibumba, nensigo zo-
17 mbi, namasavu gazo, Musa nagokera ku kyoto. Naye ente nediba lyayo nenyama yayo nobusa
bwayo nabyokera nomuliro ebweru wolusisira; nga
18 Mukama bweyalagira Musa. Naleta endiga enume eyekiwebwayo ekyokebwa: Aloni nabanabe neba-
19 teka engalo zabwe ku mutwe gwendiga. Nagi'ta: Musa namansira omusai ku kyoto enjuwi zona.
20 Nasala mu ndiga ebitundu byayo; Musa nayokya
21 omutwe, nebitundu, namasavu. Nanaza ebyenda namagulu nama'zi: Musa nayokera endiga yona ku kyoto: yali kiwebwayo ekyokebwa olweyumbe edungi: yali kiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri
22 Mukama; nga Mukama bweyalagira Musa. Naleta endiga enume eyokubiri, endiga eyokwawula: Aloni nabanabe nebateka engalo zabwe ku mutwe
23 gwendiga. Nagi'ta; Musa natola ku musai gwayo, nagusiga ku nsonda yokutu kwa Aloni okwadyo, ne ku kinkumu kyomukonogwe ogwadyo, ne ku
24 kigere ekisaja ekyokugulukwe okwadyo. Naleta abana ba Aloni, Musa nasiga ku musai ku nsonda yokutu kwabwe okwadyo, ne ku kinkumu ekyomukono gwabwe ogwadyo, ne ku kigere ekisaja ekyokugulu kwabwe okwadyo: Musa namansira
25 omusai ku kyoto enjuwi zona. Nadira amasavu, nomukira ogwa sava, namasavu gona agali ku byenda, nekisembe ekyokukibumba, nensigo zo-
26 mbi, namasavu gazo, nekisambi ekyadyo: ne mu kibo ekyalimu emigati egitazimbulukuswa ekyali mu maso ga Mukama nagyamu omugati gumu ogutazimbulukuswa, nomugati gumu ogwasigibwako amafuta, nogwoluwewere gumu, nagiteka
27 ku masavu, ne ku kisambi ekyadyo: nateka byona mu ngalo za Aloni ne mu ngalo zabanabe,

nabiwubawuba okuba ekiwebwayo ekiwubibwa
mu maso ga Mukama. Musa nabigya mu ngalo 28
zabwe, nabyokera ku kyoto ku kiwebwayo ekyo-
kebwa: byali bya kwawula olwevumbe edungi:
yali kiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Muka-
ma. Musa nadira ekifuba, nakiwubawuba okuba 29
ekiwebwayo ekiwubibwa mu maso ga Mukama:
gwali mugabo gwa Musa ku ndiga eyokwawula;
nga Mukama bweyalagira Musa. Musa natola ku 30
mafuta agokufukako, ne ku musai ogwali ku kyoto,
nagumansira ku Aloni, ku byambalobye, ne ku
banabe, ne ku byambalo byabanabe awamu naye;
natukuza Aloni, ebyambalobye, nabanabe, nebya-
mbalo byabanabe awamu naye. Musa nagamba 31
Aloni nabanabe nti Mufumbire enyama ku mu-
lyango gwewema eyokusisinkanirangamu: mugi-
rire eyo nemigati egiri mu kibo ekyokwawula,
nga bwenalagira nga njogera nti Aloni nabanabe
banabiryanga. Era ekinafi'kawo ku nyama ne ku 32
migati munakyokya nomuliro. So temufuluma- 33
nga mu mulyango gwewema eyokusisinkaniranga-
mu enaku musanvu, okutusa enaku ezokwawula
kwamwe lweziritukirira: kubanga alibāwulira
enaku musanvu. Nga bwekikoledwa lero, bwa- 34
tyo Mukama bweyalagira okukola, okubatangi-
rira. Era ku mulyango gwewema eyokusisinka- 35
nirangamu gyemulimalira enaku musanvu emi-
sana nekiro, mwekume ekiragiro kya Mukama
muleme okufa: kubanga bwentyo bwenalagirwa.
Aloni nabanabe nebakola byona Mukama byeya- 36
lagira mu mukono gwa Musa.

9

Awo olwatuka ku lunaku olwomunana Musa 1
naita Aloni nabanabe nabakade ba Isiraeri; na- 2
gamba Aloni nti Wetwalire enyana enume okuba

ekiwebwayo olwekibi, nendiga enume okuba ekiwebwayo ekyokebwa, ezitaliko bulema, oziwereyo
3 mu maso ga Mukama. Era abana ba Isiraeri onobagamba nti Mwetwalire embuzi enume okuba ekiwebwayo olwekibi; nenyana nomwana wendiga, ezakamaze omwaka gumu zombi, ezitaliko
4 bulema, okuba ekiwebwayo ekyokebwa; nente nendiga enume okuba ebiwebwayo olwemirembe, okuziwayo mu maso ga Mukama; nekiwebwayo ekyobuta ekitabudwamu amafuta: kubanga lero
5 Mukama anabalabikira. Nebaleta ebyo Musa byalagide mu maso gewema eyokusisinkaniranga-
mu: ekibina kyona nekisembera nekiimirira mu
6 maso ga Mukama. Musa nayogera nti Kino kye kigambo Mukama kyeyalagira mukikole: nekiti-
7 bwa kya Mukama kinabalabikira. Musa nagamba Aloni nti Semberera ekyoto, oweyo ekyo kyowayo olwekibi nekyo kyowayo ekyokebwa, wetangirire weka nabantu: oweyo ekitone ekyabantu obata-
8 ngirire; nga Mukama bweyalagira. Awo Aloni nasemberera ekyoto, na'ta enyana eyekiwebwayo
9 olwekibi, ekikye kububwe. Abana ba Aloni nebamuletera omusai: na'nyika engaloye mu musai, nagusiga ku mayembe gekyoto, nayiwa
10 omusai ku ntobo yekyoto: naye amasavu nensigo nekisembe ekyokukibumba ekyekiwebwayo olwekibi, nabyokera ku kyoto; nga Mukama bweyala-
11 gira Musa. Nenyama nediba nabyokera nomuliro
12 ebweru wolusisira. Na'ta ekiwebwayo ekyokebwa; abana ba Aloni nebamuletera omusai, nagumansira
13 ku kyoto enjuwi zona. Nebamuletera ekiwebwayo ekyokebwa, ebitundu ebitundu kina kimu, nomu-
14 twe: nabyokera ku kyoto. Nanaza ebyenda namagulu, nabyokera ku kiwebwayo ekyokebwa
15 ku kyoto. Naleta ekitone ekyabantu, nadira embuzi eyekiwebwayo olwekibi ekyali kubwabantu, nagi'ta, nagiwayo olwekibi, nga neyolube-
16 ryeberye. Naleta ekiwebwayo ekyokebwa, na-

kiwayo ngekiragiro bwekyali. Naleta ekiwe- 17
bwayo ekyobuta, nakitolako okujuza olubatu-
lwe, nagyokera ku kyoto, era nekiwebwayo
ekyokebwa ekyenkya. Era na'ta ente nendi- 18
ga enume, sadaka eyebiwebwayo olwemirembe,
eyali kubwabantu: abana ba Aloni nebamule-
tera omusai, nagumansira ku kyoto enjuwi zona,
namasavu gente: ne ku ndiga omukira ogwa sava 19
nagabika ku (byenda), nensigo nekisembe ekyoku-
kibumba: amasavu nebagateka ku bifuba nayo- 20
kera amasavu ku kyoto: nebifuba nekisambi 21
ekyadyo Aloni nabiwubawuba okuba ekiwebwayo
ekiwubibwa mu maso ga Mukama; nga Musa
bwalagide. Awo Aloni naimusa emikonogye eri 22
abantu, nabasabira omukisa; naserengeta nga-
maze okuwayo ekiwebwayo olwekibi nekiwebwayo
ekyokyebwa nebiwebwayo olwemirembe. Awo 23
Musa ne Aloni nebaingira mu wema eyokusisi-
nkanirangamu, nebafuluma, nebasabira abantu
omukisa: awo ekitibwa kya Mukama nekirabi-
kira abantu bona. Omuliro neguva eri Mukama 24
mu masoge, negwokera ku kyoto ekiwebwayo
ekyokebwa namasavu: awo abantu bona bwe-
bagulaba nebogerera wagulu nebavunama amaso
gabwe.

10

Awo Nadabu ne Abiku, abana ba Aloni, neba- 1
dira ebyotezo buli muntu ekikye, nebateka omuliro
omwo, nasako ebyokwoteza, nawayo omuliro omu-
lala mu maso ga Mukama, gwatalagiranga. Omu- 2
liro neguva eri Mukama mu masoge, negubokya,
nebafira mu maso ga Mukama. Awo Musa nalyoka 3
agamba Aloni nti Kino kye kikyo Mukama kye-
yayogera nti Natukulizibwanga mwabo abanse-
mberera, era mu maso gabantu bona nagulumizi-

4 bwanga. Aloni neyesirikira. Musa naita Misaeri
ne Erizafani, abana ba Uzieri koja wa Aloni, na-
bagamba nti Musembere, musitule baganda bamwe
okubagya mu maso gawatukuvu mubatwale
5 ebweru wolusisira. Awo nebasembera, nebaba-
situla nga bambade ebizibawo byabwe nebabatwala
6 ebweru wolusisira; nga Musa bwayogede. Musa
nagamba Aloni ne Ereazala ne Isamala, batabanibe,
nti Temusumulula nviri za ku mitwe gyamwe, so
temuyuza byambalo byamwe; muleme okufa, era
aleme okusunguwalira ekibina kyona: naye baga-
nda bamwe, enyumba ya Isiraeri yona, bakabire
7 okwokya Mukama kwayoke'za. So temufuluma
mu mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu,
muleme okufa: kubanga amafuta ga Mukama
agokufukako gali kumwe. Nebakola ngekigambo
kya Musa bwekyali.

8, 9 Mukama nagamba Aloni nti Tonywanga ku
mwenge newakubade ekitamiza, gwe newakubade
abanabo awamu nawe, bwemunaingiranga mu
wema eyokusisinkanirangamu, muleme okufa:
linabanga teka eritalijulukuka mu mirembe gya-
10 mwe gyona: era mulyoke mwawulengamu ebitu-
kuvu nebitali bitukuvu, nebirongofu nebitali
11 birongofu; era mulyoke muigirize abana ba Isiraeri
amateka gona Mukama geyababulirira mu mukono
gwa Musa.

12 Musa nagamba Aloni ne Ereazala ne Isamala
abanabe abasigalawo nti Mutwale ekiwebwayo
ekyobuta ekisigadewo ku biwebwayo ebya Muka-
ma ebikolebwa nomuliro, mugirire awatali kizi-
mbulukusa ku mabali gekyoto: kubanga kye kitu-
13 kuvu enyo: era munagirira mu kifo ekitukuvu,
kubanga lye banjalyo, era banja lyabanabo, ku
biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro:
14 kubanga bwentyo bwenalagirwa. Nekifuba
ekiwubibwawubibwa nekisambi ekisitulibwa
munabirīra mu kifo ekirongofu; gwe ne bataba-

nibo nabawalabo awamu nawe: kubanga biwebwa gyoli okuba ebanjalyo, era ebanja lyabanabo, ku sadaka zebyo abana ba Isiraeri byebawayo olwemirembe. Ekisambi ekisitulibwa nekifuba 15
ekiwubibwawubibwa banabireteranga wamu nebiwebwayo ebikolebwa nomuliro ebyamasavu, okubiwubawuba okuba ekiwebwayo ekiwubibwa mu maso ga Mukama: era binabanga bibyo, era bya banabo awamu nawe, okuba ebanja emirembe gyona; nga Mukama bweyalagira.

Musa nanonyeza dala embuzi eyekiwebwayo 16
olwekibi, era, laba, ngeyokedwa: nasunguwalira Ereazala ne Isamala abana ba Aloni abasigalawo ngayogera nti Ekibalobede okulira ekiwebwayo 17
olwekibi mu kifo ekyawatukuvu kiki, kubanga kitukuvu nyo, era yakibawa okusitula obubi bwekibina, okubatangirira mu maso ga Mukama? Laba, omusai gwakyo teguletedwa mu watukuvu 18
munda: temwandiremye kugirira mu watukuvu, nga bwendagide. Awo Aloni nagamba Musa nti 19
Laba, lero bawadeyo ekyo kyebawayo olwekibi nekyo kyebawayo ekyokebwa mu maso ga Mukama; era bimbadeko ebigambo ebyenkanide wano: era singa ndide ekiwebwayo olwekibi lero, kyandibade kirungi nyo mu maso ga Mukama? Awo 20
Musa bweyawulira, nekiba kirungi nyo mu masoge.

11

Mukama nayogera ne Musa ne Aloni ngabagamba nti Bagambe abana ba Isiraeri nti Bino bye 1 2
biramu byemunalyanga ku nsolo zona eziri kunsi. Buli ekyawulamu ekinulo, era ekirina ekigere 3
ekyasemu, era ekiza obwekulumo mu nsolo, ekyo kyemunalyanga. Naye bino byemutalyanga 4
kwebyo ebiza obwekulumo oba kwebyo ebyawulamu ekinulo: eng'amira kubanga eza bwekulumo

naye teyawulamu kinulo, eyo si nongofu gyemuli.
5 Nomusu, kubanga guza bwekulumo naye tegwawulamu kinulo, ogwo si mulongofu gyemuli.
6 Nakamyu, kubanga kaza bwekulumo naye teka-
7 wulamu kinulo, ako si kalongofu gyemuli. Nembi'zi, kubanga eyawulamu ekinulo, era erina ekigere ekyasemu, naye teza bwekulumo, eyo si
8 nongofu gyemuli. Ku nyama yazo temulyangako, so nemirambo gyazo temugikomangako; si nongofu gyemuli.
9 Bino byemunalyanga ku byona ebiri mu mazi: buli ekirina amagwa namagamba mu mazi, mu
10 nyanja ne mu miga, ebyo byemunalyanga. Era buli ekitalina magwa na magamba mu nyanja ne mu miga, ku byona ebitambulira mu mazi ne ku biramu byona ebiri mu mazi, bya muzizo gyemuli,
11 era binabanga bya muzizo gyemuli; temulyanga ku nyama yabyo, nemirambo gyabyo munagiita-
12 nga gya muzizo. Buli ekitalina magwa newakubade amagamba mu mazi, ekyo kya muzizo gyemuli.
13 Na bino byemunaitanga ebyomuzizo ku nyonyi; tebiribwanga, bya muzizo: enunda, nempungu,
14 ne makwanzi; ne kamunyi, nedirawamu nengeri
15, 16 yalyo; buli namung'ona nengeri yabo; ne
maya, nolubugabuga, nolusove, nenkambo nengeri
17 yayo; nekiwugulu, nenkobyokobyo, nekufufu;
18 nekiwugulu ekyamatu, ne kimbala, nensega;
19 ne kasida, ne mpabana nengeriye, nekokotezi, nekinyira.
20 Ebyewalula byona ebirina ebiwawatiro ebita-
21 mbuza amagulu ana bya muzizo gyemuli. Naye bino byemuinza okulya ku byona ebyewalula ebirina ebiwawatiro ebitambuza amagulu ana, ebirina amagulu wagulu ku bigere byabyo, oku-
22 gabusa kunsi; bino byemuinza okulya kwebyo; enzige nengeri yayo, nensenene nengeri yayo, nakanyenyenkule nengeri yako, nejanzi nengeri

yalyo. Naye ebyewalula byona ebirina ebi- 23
wawatiro, ebirina amagulu ana, bya muzizo
gyemuli.

Na bino bye binabafulanga abatali balongofu : 24
buli anakomanga ku mulambo gwabyo anabanga
atali mulongofu okutusa akawungezi : era buli 25
asitula ku mulambo gwabyo anayozanga engoyeze,
era anabanga atali mulongofu okutusa akawu-
ngezi. Buli nsolo eyawulamu ekinulo, songa 26
terina kigere kyasemu, so teza bwekulumo, si
nongofu gyemuli : buli anazikomangako anaba-
nga atali mulongofu. Era buli etambuza ebibatu 27
byayo ku nsolo zona ezitambuza amagulu ana, ezo
si nongofu gyemuli : buli anakomanga ku mu-
lambo gwazo anabanga atali mulongofu okutusa
akawungezi. Era oyo asitula omulambo gwazo 28
anayozanga engoyeze, era anabanga atali mulo-
ngofu okutusa akawungezi : ezo si nongofu gye-
muli.

Na bino bye bitali birongofu gyemuli ku bye- 29
walula ebyewalula kunsi ; egunju, nomusonso,
nekonkomi edene nengeri yalyo, ne anaka, ne- 30
nswaswa, nomunya, nekonkomi, ne nawolovu.
Ebyo bye bitali birongofu gyemuli kwebyo byona 31
ebyewalula : buli anabikomangako, nga bifude,
anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi.
Era ekintu kyona ekinagwibwangako kyona kyo- 32
na kubyo, nga bifude, kinabanga ekitali kiro-
ngofu ; bwekibanga ekintu kyona ekyomuti, oba
kyambalo, oba diba, oba nsawo, oba kintu kyona
kyona, ekikoza omulimu gwona, kikigwaniranga
okutekebwa mu ma'zi, era kinabanga ekitali
kirongofu okutusa akawungezi ; nekiryoka ki-
banga ekirongofu. Na buli kintu ekyebumba, 33
ekinagwibwangamu kyona kyona kubyo, ekibanga
mukyo kyona kinabanga ekitali kirongofu, nakyo
munakyasanga. Ekyokulya kyona (ekirimu) 34
ekirika, ekiinza okufukibwako ama'zi, kinabanga

ekitali kirongofu: na buli kya kunywa ekinanywebwanga mu buli kintu (ekiri bwekityo) ki-
35 nabanga ekitali kirongofu. Era buli kintu ekinagwibwangako ekitundu kyona ekyomulambo gwabyo kinabanga ekitali kirongofu; oba kabiga, oba amasiga gentamu, kinamenyebwamenyebwanga: si birongofu, era binabanga ebitali birongofu
36 gyemuli. Naye olu'zi oba ekinya omuli ama'zi agakung'anyizibwa kinabanga ekirongofu: naye ekinakomanga ku mulambo gwabyo kinabanga
37 ekitali kirongofu. Era obanga ku mulambo gwabyo kugwa ku nsigo yona eyokusiga egenda
38 okusigibwa, nga nongofu. Naye obanga ama'zi gafukibwa ku nsigo, ne ku mulambo gwabyo nekugwa okwo, nga si nongofu gyemuli.
39 Era obanga ensolo yona, gyemuinza okulyako, efa; akoma ku mulambo gwayo anabanga atali
40 mulongofu okutusa akawungezi. Noyo analyanga ku mulambo gwayo anayozanga engoyeze era anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi: era noyo anasitulanga omulambo gwayo anayozanga engoyeze era anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi.
41 Na buli ekyewalula ekyewalula kunsi kya muzi-
42 zo; tekiribwanga. Buli ekitambuza olubuto, na buli ekitambuza amagulu ana, oba buli ekirina amagulu amangi, buli ebyewalula kunsi, ebyo temubi-
43 ryanga; kubanga bya muzizo. Temwegwagwawazanga na kyewalula kyona ekyewalula, so temwefulanga nabyo abatali balongofu, mubere
44 nempitambi bwemutyo. Kubanga nze Mukama Katonda wamwe: kale mwetukuze, mubere abatukuvu; kubanga nze mutukuvu: so temwereteranga mpitambi olwengeri yona eyekyewala-
45 lula ekitambula kunsi. Kubanga nze ndi Mukama eyabalinyisa okuva munsi Yemisiri, okuba Katonda wamwe, kale mwe munabanga abatukuvu: kubanga nze mutukuvu.

Eryo lye teka eryensolo neryenyonyi nerya buli 46
kitonde ekiramu ekitambula mu ma'zi, nerya
buli kitonde ekyewalula kunsi: okwawulamu 47
ebitali birongofu nebirongofu, nekiramu ekirīka
nekiramu ekitalīka.

12

Mukama nagamba Musa nti Gamba abana ba 1, 2
Isiraeri nti Omukazi bwanabanga olubuto nazala
omwana owobulenzi, awo anabanga atali mulo-
ngofu enaku musanvu; nga (bwabera) mu naku
ezokweyawula kwendwadeye, (bwatyo) bwanaba-
nga atali mulongofu. Awo ku lunaku olwomunana 3
omubiri gwekikutakye gunakomolwanga. Era 4
(omukazi) anamalanga enaku asatu mu satu mu
musai ogwokutukuzibwakwe; takomanga ku kintu
ekitukuvu, so taingiranga mu kifo ekitukuvu,
okutusa enaku ezokutukuzibwakwe lwezirigwa.
Naye bwanazalanga omwana owobuwala, awo 5
anabanga atali mulongofu sabiti biri, nga (bwa-
bera) mu kweyawulakwe: era anamalanga enaku
nkaga mu mukaga mu musai ogwokutukuzi-
bwakwe. Awo enaku ezokutukuzibwakwe bwezi- 6
gwanga, ezowobulenzi, oba za wa buwala, anale-
tanga omwana wendiga owomwaka ogwoluberye-
berye okuba ekiwebwayo ekyokyebwa, nejiba eto,
oba kamukukulu okuba ekiwebwayo olwekibi, ku
mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, eri
kabona: awo anagiwangayo mu maso ga Muka- 7
ma, namutangirira; awo analongosebwanga mu
nsulo yomusaigwe. Eryo lye teka lyomukazi
azala, oba wa bulenzi oba wa buwala. Era mu 8
bintubye bwatainzenga kuleta mwana wa ndiga,
awo anatwalanga bakamukukulu babiri, oba
maiba mato abiri; erimu okuba ekiwebwayo
ekyokyebwa, nedala okuba ekiwebwayo olwekibi:

era kabona anamutangiriranga, era anabanga mulongofu.

13

1 Era Mukama nagamba Musa ne Aloni nti
2 Omuntu bwanabanga nekizimba oba kikuta oba mbalabe erungude ku diba lyomubirigwe, nekifuka endwade yebigenge ku diba lyomubirigwe, awo analetebwanga eri Aloni kabona, oba eri omu ku
3 banabe bakabona: awo kabona anakeberanga endwade eri ku diba lyomubiri: era obwoya obuli awali endwade bwebubanga bufuse obweru, nekifananyi kyendwade nga kifulumye wansi wediba lyomubirigwe, nga ye ndwade yebigenge: awo kabona anamukeberanga, namwatulira nga
4 si mulongofu. Era embalabe erungude bwebanga enjeru ku diba lyomubirigwe, nekifananyi kyayo nga tekifulumye wansi wediba, nobwoya bwawo nga tebufuse bweru, awo kabona anasibiranga
5 owendwade enaku musanvu: awo kabona alimukebera ku lunaku olwomusanvu: awo, laba, bwanalabanga ngendwade ekomye awo, nendwade nga tebunye ku diba, awo kabona anamusibiranga
6 enaku musanvu endala: awo kabona alimukebera nate ku lunaku olwomusanvu: awo, laba, endwade bwebanga tekyalabika nyo, nendwade nga tebunye ku diba, awo kabona anamwatuliranga nga mulongofu: nga kye kikuta: awo anayozanga
7 engoyeze, naba mulongofu. Naye ekikuta bwekinabunanga ku diba, ngamaze okweraga eri kabona olwokulongosebwakwe, aneraganga nate
8 eri kabona: awo kabona anakeberanga, era, laba, ekikuta bwekinabanga kibunye ku diba, awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: nga bye bigenge.
9 Endwade yebigenge bwebanga ekute omuntu,
10 awo analetebwanga eri kabona; kabona nakebera,

awo, laba, ekizimba ekyeru bwekinabanga ku diba, era nga kifude obwoya okuba obweru, era enyama enjere enamu ngeri awali ekizimba, nga 11
bye bigenge ebyeda ku diba lyomubirigwe, era kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: tamusibanga; kubanga oyo si mulongofu. Era 12
ebigenge bwebifutukanga ku diba, ebigenge nebibuna ediba lyona eryomulwade okuva ku mutwe okutusa ku bigere, okulaba kwona kabona kwanalabanga; awo kabona anakeberanga: awo, 13
laba, ebigenge bwebinabanga bibunye omubirigwe gwona, anamwatuliranga omulwade nga mulongofu: byona bifuse okuba ebyeru: oyo mulongofu.
Naye enyama enjere bwenerabikanga kuye, ana- 14
banga atali mulongofu. Awo kabona alikebera 15
enyama enjere, namwatulira nga si mulongofu: enyama enjere si nongofu: bye bigenge. Oba 16
enyama enjere bwekyukanga nate nefuka okuba enjeru, awo anajanga eri kabona, kabona namu- 17
kebera: era, laba, endwade bwebanga efuse okuba enjeru, awo kabona anamwatuliranga omulwade nga mulongofu: oyo mulongofu.

Era omubiri bwegunabangako ejute ku diba 18
lyagwo, nalyo nga lyawona, nawāli ejute newa- 19
bawo ekizimba ekyeru, oba mbalabe erungude, enjeruyeru era emyufumyufu, awo kinalagibwanga kabona; awo kabona anakeberanga, era, laba, 20
ekifananyi kyakyo bwekinabanga nga kifulumye wansi wediba, nobwoya bwawo nga bufuse okuba obweru, awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: ye ndwade yebigenge, efulumye mu jute. Naye kabona bwanakikeberanga, era, laba, 21
nga temuli bwoya bweru, songa tekifulumye wansi wediba, naye nga tekirabika bulungi, awo kabona anamusibiranga enaku musanvu: awo bwekina- 22
bunanga ku diba, awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: eyo ye ndwade. Naye emba- 23
labe erungude bwenekomanga awo, era nga te-

bunye, eyo nga ye nkovu eyejute; awo kabona anamwatuliranga nga mulongofu.

24 Oba omubiri bwegunabangako okwokebwa nomuliro ku diba lyagwo, (enyama) enamu eyokedwa nefuka okuba embalabe erungude, enjeruyeru
25 era emyufumyufu, oba njeru; awo kabona anagikeberanga: era, laba, obwoya obwomumbalabe erungude bwebunabanga bufuse okuba obweru, nekifananyi kyayo nga kifulumye wansi wediba; bino bye bigenge, byafuluma awayokebwa: awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: nga
26 ye ndwade yebigenge. Naye kabona bwanagikeberanga, era, laba, nga tewali bwoya bweru awali embalabe erungude, songa tefulumye wansi wediba, naye nga terabika bulungi; awo kabona
27 anamusibiranga enaku musanvu: awo kabona alimukebera ku lunaku olwomusanvu: bwenebunanga ku diba, awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: nga ye ndwade yebigenge.
28 Era embalabe erungude bwenekomanga awo, songa tebunye ku diba, era nga terabika bulungi; nga kye kizimba ekyokwokebwa, era kabona anamwatuliranga nga mulongofu: kubanga eyo ye nkovu eyokwokebwa.

29 Era omusaja oba mukazi bwanabanga nendwade
30 ku mutwe oba ku kirevu, awo kabona anakeberanga endwade: awo, laba, ekifananyi kyayo bwekinabanga nga kifulumye wansi wediba, era nga mulimu enviri eza kyenvu ezentalaga, awo kabona anamwatuliranga nga si mulongofu: ekyo kye kikakampa, bye bigenge ebyokumutwe oba ebyo-
31 kukirevu. Era kabona bwanakeberanga endwade eyekikakampa, era, laba, ekifananyi kyayo nga tekifulumye wansi wediba, songa tewali nviri nzirugavu, awo kabona anamusibiranga omulwade
32 wekikakampa enaku musanvu: awo ku lunaku olwomusanvu kabona alikebera endwade: era, laba, ekikakampa bwekinabanga nga tekibunye,

songa tewali nviri za kyenvu, nekifananyi kyekikakampa nga tekifulumye wansi wediba, awo anamwebwanga, naye ekikakampa takimwanga; era kabona anasibiranga omulwade wekikakampa enaku musanvu endala: awo kulunaku olwomusanvu kabona alikebera ekikakampa: awo, laba, ekikakampa bwekinabanga nga tekibunye ku diba, nekifananyi kyakyo nga tekifulumye wansi wediba; awo kabona anamwatuliranga nga mulongofu: awo anayozanga engoyeze, naba mulongofu. Naye ekikakampa bwekinabunanga ku diba ngamaze okulongosebwa; awo kabona anamukeberanga: era, laba, ekikakampa bwekinabanga kibunye ku diba, kabona tanonyanga nviri za kyenvu; oyo si mulongofu. Naye bwanalabanga ngekikakampa kikomye awo, nenviri enzirugavu nga zimezewo; ekikakampa nga kiwonye, oyo mulongofu: awo kabona anamwatuliranga nga mulongofu.

Era omusaja oba mukazi bwanabanga nembalabe ezirungude ku diba lyomubiri gwabwe, ze mbalabe ezirungude enjeru: awo kabona anakeberanga. awo, laba, embalabe ezirungude (eziri) ku diba lyomubiri gwabwe bwezinabanga enjeruyeru; nga bwe butulutu'tu, nga bufulumye mu diba; oyo mulongofu.

Era omusaja bwanabanga akunyuse enviri ezokumutwegwe, oyo nga wa kiwalata; (naye) mulongofu. Era bwanabanga akunyuse enviri ezomukawumpo, nga wa kiwalata kya mu kawumpo; (naye) nga mulongofu. Naye endwade enjeruyeru era emyufumyufu bwenebanga ku mutwe ogwekiwalata oba mu kawumpo akekiwalata; ebyo bye bigenge ebifuluma mu mutwegwe ogwekiwalata oba mu kawumpoke akekiwalata. Awo kabona anamukeberanga: awo, laba, ekizimba ekyendwade bwekinabanga ekyeruyeru era ekimyufumyufu ku mutwegwe ogwekiwalata, oba

mu kawumpoke akekiwalata, ngekifananyi kye-
44 bigenge bwekiri ku diba lyomubiri; oyo nga wa bigenge, si mulongofu: kabona talemanga kumwatulira nga si mulongofu; endwadeye ngeri ku mutwegwe.
45 Era omugenge alina endwade, engoyeze zinabanga enjulifuyulifu, nenviri ezokumutwegwe tazisibangako, era anabikanga ku mumwagwe ogwengulu, era anayogereranga wagulu nti Siri mulo-
46 ngofu, siri mulongofu. Enaku zona endwade ngekyali kuye anabanga atali mulongofu; si mulongofu: anaberanga yeka; enyumbaye enebanga bweru wa lusisira.
47 Era nekyambalo ekiriko endwade yebigenge,
oba kyambalo kya byoya bya ndiga oba kyambalo
48 kya bafuta; bwebibanga ku wuzi ezobusimba oba ku zobukika; oba kya bafuta oba kya byoya; bwebibanga ku diba oba ku kintu ekikolebwa
49 nediba; endwade bwenebanga eya nawandagala oba emyufumyufu ku kyambalo, oba ku diba, oba ku wuzi ezobusimba, oba ku zobukika, oba ku kintu kyona ekyediba; eyo nga ndwade ya
50 bigenge, era eneragibwanga kabona: awo kabona anakeberanga endwade, nasibira (ekiriko) endwa-
51 de enaku musanvu: awo alikebera endwade ku lunaku olwomusanvu: endwade bwenebanga ebunye ku kyambalo, oba ku wuzi ezobusimba, oba ku zobukika, oba ku diba, omulimu gwona ediba gwerikola; endwade nga bigenge ebirya; nga si
52 kirongofu. Awo anayokyanga ekyambalo, oba wuzi za busimba, oba za bukika, (obanga eri) mu byoya oba mu bafuta, oba mu kintu kyona ekyediba, omuli endwade: kubafiga ebyo bye bigenge
53 ebirya; kinayokebwanga mu muliro. Era kabona bwanakeberanga, awo, laba, endwade nga tebunye mu kyambalo, newakubade mu wuzi ezobusimba, newakubade mu zobukika, newakubade
54 mu kintu kyona ekyediba; awo kabona analagi-

ranga boze ekintu ekirimu endwake, nakisibira
enaku musanvu endala: awo kabona anakebera- 55
nga, endwade ngemaze okwozebwa: awo, laba,
endwade bwenebanga tekyusi'za bala lyayo, era
endwade nga tebunye, ekyo nga si kirongofu;
onokyokyanga mu muliro: eyo ye ndwade erya,
okukubuka bwekunabanga munda oba kungulu.
Era kabona bwanakeberanga, era, laba, endwade 56
nga terabika bulungi ngemaze okwozebwa, awo
anagiyuzanga okugigya mu kyambalo oba mu diba
oba mu wuzi ezobusimba, oba mu zobukika: era 57
bwenebanga ekyalabika mu kyambalo, oba mu
wuzi ezobusimba, oba mu zobukika, oba mu kintu
kyona ekyediba, ngefutuka: onoyokyanga nomu-
liro ekyo ekirimu endwade. Nekyambalo oba 58
wuzi ezobusimba, oba ezobukika, oba kintu kyona
ekyediba nga bwekinabanga, kyonoyozanga,
endwade bwenebanga ebivudemu, awo nekiryoka
kyozebwanga omulundi ogwokubiri, nekiba kiro-
ngofu. Eryo lye teka eryendwade yebigenge mu 59
kyambalo ekyebyoya oba mu kya bafuta, oba mu
wuzi ezobusimba oba mu zobukika, oba mu kintu
kyona ekyediba, okukyatuliranga nga kirongofu,
oba okukyatuliranga nga si kirongofu.

14

MUKAMA nagamba Musa nti Lino lye linabanga 1, 2
eteka lyomugenge ku lunaku olwokulongosebwa-
kwe: analetebwanga eri kabona: awo kabona ana- 3
fulumanga mu lusisira; kabona nakebera, awo;
laba, endwade yebigenge bwenebanga ewonye ku
mugenge; awo kabona analagiranga okutwalira 4
oyo agenda okulongosebwa enyonyi biri enongofu
enamu, nomuti omwerezi, nolugoye olumyufu,
nezobu: awo kabona analagiranga oku'tako emu 5
ku nyonyi mu kintu kyebumba ku ma'zi agakulu-
kuta: nenyonyi enamu anagidiranga nomuti 6

omwerezi nolugoye olumyufu nezobu, nanyika
ebyo nenyonyi enamu mu musai gwenyonyi e'ti-
7 dwa ku ma'zi agakulukuta: awo anamansiranga
kwoyo agenda okulongosebwako ebigenge emirundi
musanvu, namwatulira nga mulongofu, natera
8 enyonyi enamu mu tale mu banga. Noyo agenda
okulongosebwa anayozanga engoyeze, namwa envi-
rize zona, nanaba mu ma'zi, awo anabanga mulo-
ngofu: oluvanyuma nalyoka aingira mu lusisira,
naye anamalanga enaku musanvu ngali bweru
9 wewemaye. Awo olunatukanga ku lunaku olwo-
musanvu, anamwanga envirize zona okuzigya ku
mutwegwe nebirevubye nebisigebye, envirize zona
anazimwanga: era anayozanga engoyeze, nanaba
omubirigwe mu ma'zi, awo anabanga mulongofu.
10 Awo ku lunaku olwomunana anadiranga abana
bendiga enume biri ezitaliko bulema, nomwana
wendiga endusi emu eyakamaze omwaka ogumu
eteriko bulema, nebitundu bisatu ebyekumi ebyo-
bu'ta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobu'ta, obu-
tabudwamu amafuta, nekibya kimu ekyamafuta.
11 Ne kabona amulongosa anatekanga omuntu agenda
okulongosebwa nebintu ebyo mu maso ga Mukama,
ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu:
12 awo kabona anadirangako emu ku bana bendiga
enume, nagiwayo okuba ekiwebwayo olwomusa-
ngo, nekibya ekyamafuta, nabiwuba okuba eki-
13 webwayo ekiwubibwa mu maso ga Mukama: awo
ana'tiranga omwana wendiga enume mu kifo mwe-
ba'tira ekiwebwayo olwekibi nekiwebwayo ekyo-
kebwa, mu kifo ekiri mu kifo ekitukuvu: kuba-
nga ekiwebwayo olwekibi nga bwekiri ekya ka-
bona, ekiwebwayo olwomusango bwekiri bwekiti:
14 ekyo kitukuvu nyo: awo kabona anadiranga ku
musai gwekiwebwayo olwomusango, kabona nagu-
teka ku nsonda yokutu okwadyo okwoyo agenda
okulongosebwa, ne ku kinkumu ekyokumukonogwe
ogwadyo, ne ku kisaja ekyokukigerekye ekyadyo:

awo kabona anadiranga ku kibya kyamafuta, 15
nagafuka mu kibatu ekyomukonogwe ye ogwa
kono: awo kabona ananyikanga olunwerwe olwa- 16
dyo mu mafuta agali mu mukonogwe ogwa kono,
namansira ku mafuta nolunwerwe emirundi musa-
nvu mu maso ga Mukama: ne ku mafuta agasiga- 17
lawo agali mu mukonogwe kabona anagatekanga
ku nsonda yokutu okwadyo okwoyo agenda oku-
longosebwa, ne ku kinkumu ekyokumukonogwe
ogwadyo, ne ku kisaja ekyokukigerekye ekyadyo,
ku musai gwekiwebwayo olwomusango: namafuta 18
agasigalawo agali mu mukono gwa kabona anaga-
tekanga ku mutwe gwoyo agenda okulongosebwa:
era kabona anamutangiriranga mu maso ga Mu-
kama. Era kabona anawangayo ekiwebwayo 19
olwekibi, namutangirira oyo agenda okulongose-
bwa olwobutali bulongofubwe: oluvanyuma na-
lyoka a'ta ekiwebwayo ekyokebwa: era kabona 20
anawangayo ekiwebwayo ekyokebwa nekiwebwayo
ekyobu'ta ku kyoto: era kabona anamutangiriran-
ga, awo anabanga mulongofu.

Era bwanabanga omwavu natainza kufuna ebye- 21
nkana awo, awo anadiranga omwana wendiga emu
enume okuba ekiwebwayo olwomusango okuwubi-
bwa, okumutangirira, nekitundu kimu ekyekumi
ekyobu'ta obulungi obutabudwamu amafuta okuba
ekiwebwayo ekyobu'ta, nekibya kyamafuta; ne 22
bakamukukulu babiri oba amaiba amato abiri, nga
bwanainzanga okufuna; erimu linabanga ekiwe-
bwayo olwekibi nedala ekiwebwayo ekyokebwa.
Ne ku lunaku olwomunana anagaleteranga kabona 23
olwokulongosebwakwe, ku mulyango gwewema
eyokusisinkanirangamu, mu maso ga Mukama.
Awo kabona anadiranga omwana wendiga eyeki- 24
webwayo olwomusango, nekibya kyamafuta, ka-
bona nabiwuba mu maso ga Mukama okuba eki-
webwayo ekiwubibwa: na'ta omwana wendiga 25
eyekiwebwayo olwomusango kabona natola ku

musai ogwekiwebwayo olwomusango, naguteka ku
nsonda yokutu okwadyo okwoyo agenda okulongo-
sebwa, ne ku kinkumu ekyokumukonogwe ogwa-
26 dyo, ne ku kisaja ekyokukigerekye ekyadyo: awo
kabona anafukanga ku mafuta mu kibatu kyomu-
27 konogwe ye ogwa kono: kabona namansira nolu-
nwerwe olwadyo ku mafuta agali mu mukonogwe
ogwa kono emirundi musanvu mu maso ga Muka-
28 ma: kabona natola ku mafuta agali mu mukono-
gwe nagateka ku nsonda yokutu okwadyo okwoyo
agenda okulongosebwa, ne ku kinkumu ekyomu-
konogwe ogwadyo, ne ku kisaja ekyokukigerekye
ekyadyo, mu kifo ekyomusai ogwekiwebwayo
29 olwomusango: namafuta agasigalawo agali mu
mukono gwa kabona anagatekanga ku mutwe
gwoyo agenda okulongosebwa, okumutangirira mu
30 maso ga Mukama. Era anawangayo ku bakamu-
kukulu omu, oba ku maiba amato limu, nga bwa-
31 nainzanga okufuna; nga bwanainzanga okufuna,
erimu lya kiwebwayo olwekibi, nedala lya kiwe-
bwayo ekyokebwa, awamu nekiwebwayo ekyo-
bu'ta: era kabona anamutangiriranga oyo agenda
32 okulongosebwa mu maso ga Mukama. Eryo lye
teka lyoyo aliko endwade yebigenge, atainza
kufuna bya kulongosebwakwe.
33 Era Mukama nagamba Musa ne Aloni nti
34 Bwemuliba nga mutuse munsi ya Kanani, gye-
mbawa okuba obutaka, bwenatekanga endwade
yebigenge mu nyumba eyomunsi eyobutaka bwa-
35 mwe; awo nanyini nyumba anajanga nabulira
kabona nti Enyumba efanana gyendi okubamu
36 endwade: awo kabona analagiranga okumalamu
ebintu mu nyumba, kabona nga tanaba kuingira
kulaba ndwade, byona ebiri mu nyumba bireme
okufuka ebitali birongofu: oluvanyuma kabona
37 nalyoka aingira okulaba enyumba: awo anakebe-
ranga endwade, era, laba, endwade bwenebanga ku
bisenge byenyumba nga byewumudewumude engu-

do obanga za nawandagala oba myufumyufu, nekifananyi kyayo nga kifulumye munda wekisenge;
awo kabona anafulumanga mu nyumba nagenda 38
ku mulyango gwenyumba, na'galira enyumba
enaku musanvu: awo kabona anakomangawo ku 39
lunaku olwomusanvu, nakebera: era, laba, endwade bwenebanga ebunye ku bisenge byenyumba;
awo kabona analagiranga okugyamu amainja aga- 40
liko endwade, nokugasula mu kifo ekitali kirongofu
ebweru wekibuga: era analagiranga enyumba 41
okugikolokota munda enjuwi zona, era banafukanga enoni gyebakolokota ebweru wekibuga mu
kifo ekitali kirongofu: nebadira amainja amalala, 42
nebagateka mu kifo kyamainja ago; nadira enoni
endala, nagisiga ku nyumba. Awo endwade bwe- 43
nekomangawo nefutuka ku nyumba, ngamaze okugyamu amainja, era ngamaze okukolokota enyumba, era ngemaze okusigibwako; awo kabona 44
anaingiranga nakebera, era, laba, endwade bwenebanga ebunye ku nyumba, ebyo nga bye bigenge
ebirya mu nyumba: nga si nongofu. Awo anaya- 45
byanga enyumba, amainja gayo, nemiti gyayo,
nenoni yona eyenyumba; era anabisitulanga nabigya mu kibuga nabitwala mu kifo ekitali kirongofu. Era nate buli anaingiranga mu nyumba 46
ekisera kyona ngekyali nzigale anabanga atali
mulongofu okutusa akawungezi. Era buli ana- 47
sulanga mu nyumba eyo anayozanga engoyeze;
noyo analiranga mu nyumba eyo anayozanga engoyeze. Era kabona bwanaingiranga, nakebera, era, 48
laba, endwade nga tebunye ku nyumba, enyumba
ngemaze okusigibwako; awo kabona anayatuliranga enyumba nga nongofu, kubanga endwade ngewonye. Awo anadiranga olwokulongosa enyumba 49
enyonyi biri, nomuti omwerezi, nolugoye olumyufu, nezobu: na'tako emu ku nyonyi mu kintu 50
kyebumba ku ma'zi agakulukuta: nadira omuti 51
omwerezi nezobu nolugoye olumyufu nenyonyi

enamu, nabinyika mu musai gwenyonyi e'tidwa,
ne mu ma'zi ago agakulukuta, namansira ku nyu-
52 mba emiruudi musanvu: era analongosanga enyu-
mba nomusai gwenyonyi, nama'zi ago agakulukuta,
nenyonyi enamu, nomuti omwerezi, nezobu, nolu-
53 goye olumyufu: naye anateranga enyonyi enamu
mu tale mu banga okuva mu kibuga: bwatyo
bwanatangiriranga enyumba: awo enebanga no-
ngofu.
54 Eryo lye teka lyengeri yona eyendwade yebi-
55 genge, era eryekikakampa; era eryebigenge ebyo-
56 kukyambalo, era eryenyumba; era eryekizimba,
57 era eryekikuta, era eryembalabe erungude: okui-
girizanga bwekinabanga ekitali kirongofu, era
bwekinabanga ekirongofu: eryo lye teka lyebi-
genge.

15

1 Era Mukama nagamba Musa ne Aloni nti
2 Gamba abana ba Isiraeri obabulire nti Omusaja
yena bwanabanga nenziku eva mu mubirigwe,
3 nga si mulongofu olwenzikuye. Era buno bwe
bunabanga obutali bulongofubwe obwenzikuye:
obanga atonya enziku mu mubirigwe, obanga
yaziizibwa enziku mu mubirigwe, buno bwe
4 butali bulongofubwe. Buli kitanda omuziku
kyanasulangako kinabanga kitali kirongofu: era
buli kintu kyanatulangako kinabanga kitali kiro-
5 ngofu. Era buli anakomanga ku kitandakye
anayozanga engoyeze, nanaba mu ma'zi, naba atali
6 mulongofu okutusa akawungezi. Noyo anatulanga
ku kintu kyona omuziku kyatudeko anayozanga
engoyeze, nanaba mu ma'zi, naba atali mulongofu
7 okutusa akawungezi. Noyo anakomanga ku
mubiri gwomuziku anayozanga engoyeze, nanaba
mu ma'zi, naba atali mulongofu okutusa akawu-
8 ngezi. Era omuziku bwanawandanga amalusu ku

mulongofu; awo anayozanga engoyeze, nanaba
mu ma'zi, naba atali mulongofu okutusa akawu-
ngezi. Namatandiko gona omuziku ganebagalira- 9
ngako ganabanga agatali malongofu. Na buli 10
anakomanga ku kintu kyona ekibade wansiwe
anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi:
noyo anasitulanga ebyo anayozanga engoyeze,
nanaba mu ma'zi, naba atali mulongofu okutusa
akawungezi. Na buli omuziku gwanakomangako, 11
nga tananaba ngalo mu ma'zi, anayozanga engo-
yeze, nanaba mu ma'zi, naba atali mulongofu oku-
tusa akawungezi. Nekintu kyebumba omuziku 12
kyanakomangako kinayasibwanga: na buli kintu
kyomuti kinayozebwanga mu ma'zi. Era omuzi- 13
ku bwanalongosebwangako enzikuye, awo aneba-
liranga enaku musanvu olwokulongosebwakwe,
nayoza engoyeze; nanaba omubirigwe mu ma'zi
agakulukuta, naba mulongofu. Era ku lunaku 14
olwomunana anetwaliranga bakamukukulu babiri,
oba amaiba amato abiri, naja mu maso ga Mukama
ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu,
nagawa kabona: awo kabona anagawangayo, 15
erimu lya kiwebwayo olwekibi, nedala lya kiwe-
bwayo ekyokebwa; era kabona anamutangirira-
nga mu maso ga Mukama olwenzikuye.

Era omusaja yena bwanavangamu ama'nyi, awo 16
ananabanga omubirigwe gwona mu ma'zi, naba
atali mulongofu okutusa akawungezi. Na buli 17
kyambalo, na buli diba, omuli ama'nyi, kinayoze-
bwanga nama'zi, nekiba ekitali kirongofu okutusa
akawungezi. Era nomukazi omusaja gwanasula- 18
nga naye nama'nyi, bombi bananabanga mu ma'zi,
nebaba abatali balongofu okutusa akawungezi.

Era omukazi bwanabanga nenziku, nenzikuye 19
mu mubirigwe nga ya musai, anamalanga enaku
musanvu ezokweyawulakwe: na buli anamuko-
mangako anabanga atali mulongofu okutusa aka-
wungezi. Na buli kintu kyanasulangako mu 20

biro byokweyawulakwe kinabanga ekitali kirongofu: era buli kintu kyanatulangako kinabanga
21 ekitali kirongofu. Na buli anakomanga ku kitandakye anayozanga engoyeze, nanaba mu ma'zi,
22 naba atali mulongofu okutusa akawungezi. Na buli anakomanga ku kintu kyona kyatudeko anayozanga engoyeze, nanaba mu ma'zi, naba atali
23 mulongofu okutusa akawungezi. Era bwekinabanga ku kitanda, oba ku kintu kyona kyatudeko, bwanakikomangako, anabanga atali mulongofu
24 okutusa akawungezi. Era omusaja yena bwanasulanga naye, nobutali bulongofubwe nebuba kuye, awo anabanga atali mulongofu enaku musanvu ; na buli kitanda kyanasulangako kinabanga ekitali kirongofu.

25 Era omukazi bwanavangamu omusaigwe enaku nyingi songa sibye biro ebyokweyawulakwe, oba bwanavangamu omusai okusukirira ebiro ebyokweyawulakwe ; enaku zona zanavirangamu (omusai) ogwobutali bulongofubwe anabanga nga bwaba mu naku ezokweyawulakwe :
26 oyo nga si mulongofu. Buli kitanda kyanasulangako enaku zona zanavirangamu (omusai) kinabanga gyali ngekitanda ekyokweyawulakwe : era buli kyanatulangako kinabanga ekitali kirongofu,
27 ngobutali bulongofu obwokweyawulakwe. Era buli anakomanga kwebyo anabanga atali mulongofu, nayoza engoyeze, nanaba mu ma'zi, naba
28 atali mulongofu okutusa akawungezi. Naye bwanalongosebwanga (olwomusai) okumuvamu, awo anebaliranga enaku musanvu, oluvanyuma nalyo-
29 ka aba omulongofu. Awo ku lunaku olwomunana anetwaliranga bakamukukulu babiri, oba amaiba amato abiri, nagatwalira kabona, ku mu-
30 lyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Awo kabona anawangayo erimu okuba ekiwebwayo olwekibi, nedala okuba ekiwebwayo ekyokebwa ; era kabona anamutangiriranga mu maso ga Mu-

kama olwokuvamu (omusai) ogwobutali bulongofubwe.

Bwemutyo bwemunayawulanga abana ba Isira- 31
eri nobutali bulongofu bwabwe; baleme okufira mu butali bulongofu bwabwe, bwebanayononanga ewema yange eri wakati mubo.

Eryo lye teka lyomuziku noyo avamu ama'nyi, 32
nokufula negamufula atali mulongofu; era eryo- 33
mukazi alwade olwokweyawulakwe, era eryomuziku, omusaja, era eryomukazi, era eryoyo asula nomukazi atali mulongofu.

16

Mukama nayogera ne Musa, batabani ba Aloni 1
bombi nga bamaze okufa, bwebāsembera mu maso ga Mukama nebafa; Mukama nagamba Musa nti 2
Mugambe Aloni mugandawo obutamalanga gaja mu watukuvu munda wegigi buli biro, mu maso gentebe eyokusasira eri ku sanduke; aleme okufa: kubanga nalabikiranga mu kire ku ntebe eyokusasira. Bino Aloni byanajanga nabyo mu watu- 3
kuvu: ngalina ente enume envubuka okuba ekiwebwayo olwekibi, nendiga enume okuba ekiwebwayo ekyokebwa. Anayambalanga ekizibawo 4
ekyo ekya bafuta ekitukuvu, era anabanga ne seruwale eyo eya bafuta ku mubirigwe, era nga yesibye olukoba olwo olwa bafuta, era ngatikide enkufira eyo eya bafuta: ebyo bye byambalo ebitukuvu; era ananabanga omubirigwe mu ma'zi, nabyambala. Awo anatwalanga ku kibina kya- 5
bana ba Isiraeri embuzi enume biri okuba ekiwebwayo olwekibi, nendiga enume emu okuba ekiwebwayo ekyokebwa. Awo Aloni anayanjulanga 6
ente enume eyekiwebwayo olwekibi, eyiye kububwe, neyetangirira ye nenyumbaye. Awo ana- 7
twalanga embuzi zombi, naziteka mu maso ga

Mukama ku mulyango gwewema eyokusisinka-
8 nirangamu. Awo Aloni anazikubiranga obululu
embuzi zombi; akalulu akamu ka Mukama, naku-
9 lulu akokubiri ka Azazeri. Awo Aloni anayanju-
langa embuzi egwiridwako akalulu ka Mukama,
10 nagiwayo okuba ekiwebwayo olwekibi. Naye
embuzi egwiridwako akalulu ka Azazeri, enetekebwanga mu maso ga Mukama nga namu, okumutangirira, okugisindikiriza eri Azazeri mu lukola.
11 Awo Aloni anayanjulanga ente enume eyekiwebwayo olwekibi, eyiye kububwe, neyetangirira ye
nenyumbaye, na'ta ente enume eyekiwebwayo
12 olwekibi, eyiye kububwe: awo anadiranga ekyoterezo ekijude amanda agomuliro ngagagya ku kyoto mu maso ga Mukama, nembatuze nga zijude obubane obwakalosa obusekudwa enyo, nabuleta
13 munda wegigi: awo anatekanga obubane ku muliro mu maso ga Mukama, omu'ka ogwobubane gubi'ke ku ntebe eyokusasira eri ku bujulizi,
14 aleme okufa: awo anatolanga ku musai gwente enume, nagumansira nengaloye ku ntebe eyokusasira ebuvanjuba; era anamansiranga ku musai mu maso gentebe eyokusasira nengaloye emirundi
15 musanvu. Awo ana'tanga embuzi eyekiwebwayo olwekibi, eyabantu, naleta omusai gwayo munda wegigi, nakola omusai gwayo nga bwakoze omusai gwente enume, nagumansira ku ntebe eyokusasira,
16 ne mu maso gentebe eyokusasira: era anatangiriranga awatukuvu, olwobutali bulongofu bwabana ba Isiraeri, nolwebyonono byabwe, ebibi byabwe byona: era bwatyo bwanakolanga ewema eyokusisinkanirangamu, ebera nabo wakati mu butali
17 bulongofu bwabwe. So temubanga muntu mu wema eyokusisinkanirangamu, bwanaingiranga okutangirira mu watukuvu, okutusa lwanafulumanga, ngamaze okwetangirira ye nenyumbaye
18 nekibina kyona ekya Isiraeri. Awo anafulumanga eri ekyoto ekiri mu maso ga Mukama,

nakitangirira; natola ku musai gwente enume,
ne ku musai gwembuzi, nagusiga ku mayembe
gekyoto enjuwi zona. Nakimansirako nomusai 19
nengaloye emirundi musanvu, nakirongosa, naki-
tukuza okukigyako obutali bulongofu bwabana ba
Isiraeri. Awo bwanamaliranga dala okutangi- 20
rira awatukuvu, newema eyokusisinkanirangamu,
nekyoto, anayanjulanga embuzi enamu: awo 21
Aloni anatekanga emikonogye gyombi ku mutwe
gwembuzi enamu, nayatulira kuyo obutali butu-
kirivu bwona obwabana ba Isiraeri, nebyonono
byabwe byona, ebibi byabwe byona; nabiteka ku
mutwe gwembuzi, nagisindikiriza mu lukola mu
mukono gwomuntu eyetesetese: era embuzi ene- 22
situliranga kuyo obutali butukirivu bwabwe
bwona nebutwala munsi eterimu bantu: awo
embuzi anagiteranga mu lukola. Awo Aloni 23
anaingiranga mu wema eyokusisinkanirangamu,
nayambula ebyambalo ebya bafuta, byabade aya-
mbade bwaingide mu watukuvu, nabireka eyo:
awo ananabanga omubirigwe nama'zi mu kifo 24
ekitukuvu, nayambala ebyambalobye, nafuluma,
nawayo ekiwebwayo ekyokebwa ekikye nekiwe-
bwayo ekyokebwa ekyabantu, neyetangirira ye
nabantu. Namasavu agekiwebwayo olwekibi ana- 25
gokeranga ku kyoto. Noyo ata embuzi eri Aza- 26
zeri anayozanga ebyambalobye, nanaba omubi-
rigwe mu ma'zi, oluvanyuma nalyoka aingira mu
lusisira. Nente enume eyekiwebwayo olwekibi, 27
nembuzi eyekiwebwayo olwekibi, omusai gwayo
oguingizibwa okutangirira mu watukuvu, zinafu-
lumizibwanga ebweru wolusisira; nebokya mu
muliro amaliba gazo, nenyama yazo, nobusa
bwazo. Noyo abyokya anayozanga ebyambalo- 28
bye, nanaba omubirigwe mu ma'zi, oluvanyuma
nalyoka aingira mu lusisira.

Era lino linabanga teka gyemuli emirembe 29
gyona: mu mwezi ogwomusanvu, ku lunaku

olwomwezi olwekumi, munabonerezanga ememe zamwe, so temukolanga mulimu gwona, enzalwa
30 newakubade omugenyi atula mumwe: kubanga ku lunaku olwo kwebanabatangiririranga, okubalongosa; muliba balongofu mu bibi byamwe
31 byona mu maso ga Mukama. Olwo ye sabiti eyokuwumula eyokwewombekerako gyemuli, era munabonerezanga ememe zamwe; lye teka eryemi-
32 rembe gyona. Era kabona, alifukibwako amafuta era alyawulibwa okuba kabona mu kifo kya kitawe, alitangirira, era alyambala ebyambalo
33 ebya bafuta, ebyambalo ebitukuvu: era anatangiriranga awatukuvu awāyawulibwa, era anatangiriranga ewema eyokusisinkanirangamu nekyoto; era anatangiriranga bakabona nabantu bona abe-
34 kibina. Era lino linabanga teka gyemuli eritajulukuka emirembe gyona, okutangiriranga abana ba Isiraeri olwebibi byabwe byona omulundi gumu buli mwaka. Nakola nga Mukama bweyalagira Musa.

17

1, 2 Mukama nagamba Musa nti Yogera ne Aloni ne batabanibe nabana ba Isiraeri bona, obagambe nti Ekigambo kino Mukama kyalagide, ngayogera
3 nti Bwewanabangawo omuntu yena owomunyumba ya Isiraeri, ana'tiranga ente, oba omwana wendiga, oba embuzi, mu lusisira, oba anagiti-
4 ranga ebweru wolusisira, natagireta ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, okugiwayo okuba ekitone eri Mukama mu maso genyumba ya Mukama: omusai gunamubalirwanga omuntu oyo; ngayiye omusai; era omuntu oyo anazikirizibwa-
5 nga mu bantube: abana ba Isiraeri balyoke baletenga sadaka zabwe, zebawerayo mu tale mu banga baziretenga eri Mukama, ku mulyango

gwewema eyokusisinkanirangamu, eri kabona, nebaziwayo okuba sadaka ezebiwebwayo olwemirembe eri Mukama. Awo kabona anamansiranga omusai ku kyoto kya Mukama ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, nayokya amasavu okuba evumbe edungi eri Mukama. So tebakyawangayo sadaka zabwe eri embuzi enume, zebagoberera okwenda nazo. Eryo linabanga teka gyebali enaku zona mu mirembe gyabwe gyona.

Era onobagamba nti Bwewanabangawo omuntu yena owomunyumba ya Isiraeri, oba ku bagenyi abanatulanga mubo, anawangayo ekiwebwayo ekyokebwa oba sadaka, natakireta ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, okukiwayo eri Mukama; omuntu oyo anazikirizibwanga mu bantube.

Era bwewanabangawo omuntu yena owomunyumba ya Isiraeri, oba ku bagenyi abanatulanga mubo, analyanga ku musai gwona gwona; nātekanga amaso gange okwolekera omuntu oyo alya ku musai, nemuzikiriza mu bantube. Kubanga obulamu bwenyama buba mu musai: era ngubawade ku kyoto okutangiriranga obulamu bwamwe: kubanga omusai gwe gutangirira olwobulamu. Kyenava ng'amba abana ba Isiraeri nti Tewabanga kumwe muntu analyanga ku musai, so nomugenyi yena anatulanga mumwe talyanga ku musai.

Era bwewanabangawo omuntu yena ku bana ba Isiraeri, oba ku bagenyi abanatulanga mubo, anakwatanga ensolo yona oba nyonyi yona erika ngai'ga; anayiwanga omusai gwayo, nagubikako nenfufu. Kubanga obulamu bwenyama yona, omusai gwayo (guba gumu) nobulamu bwayo: kyenava ng'amba abana ba Isiraeri nti Temulyanga ku musai gwa nyama yona yona: kubanga obulamu bwenyama yona gwe musai gwayo: buli anagulyangako anazikirizibwanga. Era buli mu-

ntu analyanga kweyo efa yoka, oba etagudwa nensolo, oba nzalwa oba mugenyi, anayozanga ebyambalobye, nanaba mu ma'zi, naba atali mulongofu okutusa akawungezi: nalyoka aba mu-
16 longofu. Naye bwatabyozenga, natanaba mubirigwe, awo anabangako obutali butukirivubwe.

18

1, 2 Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana ba Isiraeri, obagambe nti Nze Mukama Katonda
3 wamwe. Ngebikolwa bwebiri ebyomunsi Yemisiri, gyemwatulangamu, temukolanga bwemutyo: era ngebikolwa bwebiri ebyomunsi ya Kanani, gyendibatusamu, temukolanga bwemutyo: so
4 temutambuliranga mu mateka gabwe. Emisango gyange gyemuba mukolanga, namateka gange gemuba mwekumanga, okubitambulirangamu: nze
5 Mukama Katonda wamwe. Kale mwekumenga amateka gange nemisango gyange: ebyo omuntu bwanabikolanga, anabanga mulamu olwebyo: nze Mukama.
6 Tewabanga kumwe anasembereranga owobuko
7 yena, okubikula ku nsonyize: nze Mukama. Ensonyi za kitawo, ze nsonyi za nyoko, tozibikula-
8 ngako: ye nyoko; tobikulanga kn nsonyize. Tobikulanga ku nsonyi za musika wa nyoko: ze nsonyi
9 za kitawo. Ensonyi za mwanyoko, azalibwa kitawo, oba azalibwa nyoko, oba yazalirwa waka, oba yazalirwa walala, ensonyi zabwe tozibikulangako.
10 Ensonyi za muwala wa mutabaniwo, oba muwala wa muwalawo, ensonyi zabwe tozibikulangako:
11 kubanga ensonyi zabwe ze zizo gwe. Ensonyi za muwala wa mukazi wa kitawo, kitawo gwazala,
12 oyo mwanyoko, tobikulanga ku nsonyize. Tobikulanga ku nsonyi za sengawo: oyo wa buko ne
13 kitawo. Tobikulanga ku nsonyi za muganda wa

nyoko: oyo wa buko ne nyoko. Tobikulanga ku 14
nsonyi za muganda wa kitawo, tosembereranga
mukaziwe: oyo sengawo. Tobikulanga ku nsonyi 15
za mukamwanawo: oyo muka mutabaniwo; tobi-
kulanga ku nsonyize. Tobikulanga ku nsonyi 16
za muka mugandawo: ze nsonyi za mugandawo.
Tobikulanga ku nsonyi zomukazi neza muwa- 17
lawe; totwalanga muwala wa mutabaniwe, newa-
kubade muwala wa muwalawe, okubikula ku
nsonyize; abo ba buko: ekyo kibi. So totwa- 18
langa mukazi wamu ne mugandawe, okuba mu-
gyawe, okubikula ku nsonyize, wamu ne mune,
ye ngakyali mulamu. So tosembereranga mukazi 19
okubikula ku nsonyize, ngakyayawulibwa olwo-
butali bulongofubwe. So tosulanga na muka 20
muliranwawo, okweyonona naye. So towangayo 21
ku zaderyo okubaisa mu muliro eri Moleka, so
tovumisanga linya lya Katondawo: nze Mukama.
Tosulanga na basaja, nga bwebasula nabakazi: 22
ekyo kya muzizo. So tosulanga na nsolo yona, 23
okweyonona nayo: so nomukazi yena taimiri-
ranga mu maso gensolo, okugalamira nayo: okwo
kwe kutabula.

Temweyononanga nebyo byona byona: kubanga 24
olwebyo byona amawanga gononese gengoba mu
maso gamwe: nensi eyononese: kyenva ngiwala- 25
nako obutali butukirivu bwayo, nensi esesemera 26
dala abagitulamu. Kale mwe mwekumenga amate-
ka gange nemisango gyange, so temukolangako ku
byemizizo ebyo byona byona; newakubade enza-
lwa, newakubade omugenyi atula mumwe: [kuba- 27
nga ebyemizizo ebyo byona abasaja abomunsi
bābikolanga, abābasoka, nensi eyononese;] ensi 28
ereme okubasesemera dala namwe, bwemugyononа-
nga, nga bweyasesemera dala egwanga eryabasoka.
Kubanga omuntu yena bwanakolanga kyona ku 29
byemizizo ebyo, abantu abo ababikola banazikiri-
zibwanga okubagya mu bantu babwe. Kyemuna- 30

vanga mwekuma byembakutira, obutakolanga yona ku mpisa ezo ezemizizo, ezakolebwanga okusoka mwe, nobuteyononanga nezo: nze Mukama Katonda wamwe.

19

1, 2 Mukama nayogera ne Musa nti Yogera nekibina kyona ekyabana ba Isiraeri, obagambe nti Munabanga batukuvu: kubanga nze Mukama Katonda
3 wamwe mutukuvu. Mutyenga buli muntu nyina ne kitawe, era mwekumenga sabiti zange: nze
4 Mukama Katonda wamwe. Temukyukiranga bifananyi, so temwekoleranga bakatonda basanuse:
5 nze Mukama Katonda wamwe. Era bwemunawangayo sadaka eyebiwebwayo olwemirembe eri
6 Mukama, munagiwangayo era mukirizibwe. Ku lunaku olwo lwemunagiwerangako kwemunagiriranga, ne ku lwenkya: era ekintu kyona bwekinafi'kangako okutusa ku lunaku olwokusatu, ki-
7 nayokebwanga omuliro. Era bwekinalibwangako nakatono ku lunaku olwokusatu, kiba kya muzizo;
8 tekikirizibwenga: naye buli anakiryangako anabangako obutali butukirivubwe, kubanga avumisi'za ekintu ekitukuvu ekya Mukama: era omuntu eyo anazikirizibwanga mu bantube.
9 Era bwemunakungulanga ebikungulwa byensi yamwe, tomaliranga dala kukungula nsonda za nimiroyo, so tokung'anyanga ebiyerebwa ku biku-
10 ngulwabyo. So toyeranga mu lusukulwo olwemizabibu, so tokung'anyanga bibala ebikunkumuka mu lusukulwo olwemizabibu; onobirekeranga omwavu nomugenyi: nze Mukama Katonda wa-
11 mwe. Temu'banga; so temulyazamanyanga, so te-
12 mulimbagananga mweka na mweka. So temulairiranga bwerere linya lyange, nokuvumisa novumisa
13 erinya lya Katondawo: nze Mukama. Tojoganga

muliranwawo, so tomunyaganga: empera yomu-
senze akolera empera tosulanga ngoli nayo okukesa
obude. Tokolimiranga mugavu wa matu, so tomu- 14
tekerangawo nkonge muzibe wa maso, naye ono-
tyanga Katondawo: nze Mukama. Temusalanga 15
misango egitali gya nsonga: tolowozanga maso ga
mwavu, so tosangamu kitibwa maso ga wa mānyi:
naye onosaliranga muliranwawo emisango gya
nsonga. Tobanga wa nimi ngotambulatambula 16
mu bantubo: so toimiriranga kulumba musai
gwa muliranwawo: nze Mukama. Tokyawanga 17
mugandawo mu mutimagwo: tolemanga kunenya
muliranwawo, oleme okubako ekibi kululwe.
Towalananga gwanga, so tobanga na nge yona eri 18
abana babantubo, naye onoyagalanga muliranwawo
nga bweweyagala weka: nze Mukama. Mweku- 19
menga amateka gange. Tozalisanga nsolozo ngeri
ezitafanana bumu: tosiganga mu nimiroyo nsigo
eyengeri ebiri: ekyambalo tekikubikangako ekye-
ngeri ebiri ezolugoye ezitabudwa awamu. Era 20
buli anasulanga nomukazi, naye nga muzana, nga-
liko 'ba amwogereza, era nga tanunulwanga naka-
tono, songa tawebwanga dembe; banabonerezebwanga, teba'tibwanga, kubanga teyali wa busa.
Awo analetanga ekyo kyawayo olwomusango eri 21
Mukama, ku mulyango gwewema eyokusisinka-
nirangamu, embuzi enume okuba ekiwebwayo
olwomusango. Awo kabona anamutangirizanga 22
endiga enume eyekiwebwayo olwomusango mu
maso ga Mukama olwekibi kyeyakola: awo ana-
sonyibwanga ekibi kyeyakola. Era bwemubanga 23
muingide munsi eyo, era nga mumaze okusimba
emiti egyengeri zona egiribwako, nemulyoka muita
ebibala byagyo obutakomolwa bwagyo: emyaka
esatu binabanga gyemuli ngebitali bikomole; tebi-
ribwangako. Naye mu mwaka ogwokuna ebibala 24
byayo byona biriba bitukuvu, olwokutendereza
Mukama. Ne mu mwaka ogwokutano mulirya 25

ku bibala byayo, ebawe ekyengera kyayo: nze
26 Mukama Katonda wamwe. Temulyanga kintu
kyona wamu nomusai so temuwanga dogo, so
27 temulagulanga. Temumwanga nkiya, so toyonona-
28 nga nsonda za kirevukyo. Temwesalanga ku mu-
biri gwamwe olwabafu, so temwesalangako bya
29 buyonjo byona: nze Mukama. Tovumisanga
muwalawo, okumufula omwenzi; ensi ereme oku-
30 goberera obwenzi, ensi nejula ekibi. Mwekume-
nga sabiti zange, era mutyenga awatukuvu wange:
31 nze Mukama. Temukyukiranga abo abasamira
emizimu, newakubade abalogo; temubanonyanga,
okwononeka olwabo: nze Mukama Katonda wa-
32 mwe. Oseguliranga alina envi, era osangamu eki-
tibwa amaso gomukade, era otyanga Katondawo:
33 nze Mukama. Era omugenyi bwanatulanga nawe
34 munsi yamwe, temumukolanga bubi. Omugenyi
anatulanga namwe anabanga gyemuli ngenzalwa
mumwe, era omwagalanga nga bweweyagala weka,
kubanga mwali bagenyi munsi Yemisiri: nze
35 Mukama Katonda wamwe. Temukolanga ebitali
bya butukirivu okusala emisango, okupima emi-
kono, okupimira mu minzani, newakubade oku-
36 gera. Munabanga ne minzani ntufu, nebigera bi-
tufu, efa ntufu, ne ini ntufu: nze Mukama
37 Katonda wamwe, eyabagya munsi Yemisiri. Era
mukwatenga amateka gange gona, nemisango
gyange gyona, nemubikolanga: nze Mukama.

20

1, 2 Mukama nagamba Musa nti Era nate bagambe
abana ba Isiraeri nti Bwewanabangawo omuntu
yena ku bana ba Isiraeri, oba ku bagenyi abatula
mu Isiraeri, anawangayo ku zaderye eri Moleka;
talemanga ku'tibwa: abantu abomunsi banamuku-
3 banga amainja. Era nange namwolekezanga amaso

gange omuntu oyo, ne'muzikiriza okumugya mu
bantube; kubanga awadeyo ku zaderye eri Moleka,
okwonona awatukuvu wange, nokuvumisa erinya
lyange etukuvu. Era abantu abomunsi bwebana- 4
mukisanga nakatono amaso gabwe omuntu oyo, bwa-
nawangayo ku zaderye eri Moleka, nebatamu'ta:
awo namwolekezanga amaso gange omuntu oyo ne 5
bagandabe, ne'muzikiriza ye nabo bona abamugobe-
rera okwenda, okwenda ne Moleka, okubagya mu
bantu babwe. Nomuntu anakyukiranga abo aba- 6
samira emizimu, nabalogo, okubagoberera okwe-
nda, namwolekezanga amaso gange omuntu oyo
ne'muzikiriza okumugya mu bantube. Kale mwe- 7
tukuze mubere abatukuvu: kubanga nze Mukama
Katonda wamwe. Era mwekumenga amateka 8
gange, nemugakolanga: nze Mukama abatukuza.
Kubanga buli anakolimiranga kitawe oba nyina 9
talemanga ku'tibwa: ngakolimide kitawe oba nyi-
na; omusaigwe gunabanga kuye. Nomuntu ana- 10
yendanga ku mukazi womusaja omulala, anaye-
ndanga ku mukazi wa muliranwawe, omwenzi
omusaja nomwenzi omukazi tebalemanga ku'tibwa.
Nomusaja anasulanga ne mukazi wa kitawe, ngabi- 11
kude ku nsonyi za kitawe: bombi tebalemanga
ku'tibwa; omusai gwabwe gunabanga kubo. Era 12
omusaja bwanasulanga ne mukamwanawe, bombi
tebalemanga ku'tibwa: nga bakoze okutabula;
omusai gwabwe gunabanga kubo. Era omusaja 13
bwanasulanga nomusaja, nga nabakazi, bombi nga
bakoze ekyemizizo: tebalemanga ku'tibwa; omu-
sai gwabwe gunabanga kubo. Era omusaja bwa- 14
nawasanga omukazi ne nyina, ekyo kibi: banayo-
kebwanga omuliro ye nabo; muleme okuba ekibi
mumwe. Era omusaja bwanasulanga nensolo, 15
talemanga ku'tibwa: era muna'tanga ensolo eyo.
Era omukazi bwanasembereranga ensolo yona, 16
nagalamira nayo, omu'tanga omukazi oyo nensolo:
tebiremanga ku'tibwa; omusai gwabyo gunabanga

17 kubyo. Era omusaja bwanawasanga mwanyina,
muwala wa kitawe, oba muwala wa nyina, nalaba
ensonyize, naye nalaba ensonyize; kye kigambo
ekyobuwemu; era banazikiririzibwanga mu maso
gabana babantu babwe: ngabikude ku nsonyi za
mwanyina; anabangako obutali butukirivubwe.
18 Era omusaja bwanasulanga nomukazi aliko endwa-
deye, nabikula ku nsonyize; ngafude obwerere
ensuloye, naye ngabikude ku nsulo yomusaigwe:
awo bombi banazikirizibwanga okugyibwa mu
19 bantu babwe. So tobikulanga ku nsonyi za muga-
nda wa nyoko, newakubade eza mwanyina kitawo:
kubanga afude obwerere owobuko: banabangako
20 obutali butukirivu bwabwe. Era omusaja bwa-
nasulanga ne mukazi wa kojawe, ngabikude ku
nsonyi za kojawe: banabangako ekibi kyabwe;
21 balifa nga tebalina bana. Era omusaja bwanawa-
sanga mukazi wa mugandawe, bwe butali bulo-
ngofu: ngabikude ku nsonyi za mugandawe; te-
baliba na bana.
22 Kyemunavanga mwekuma amateka gange gona,
nemisango gyange gyona, nemubikolanga: ensi,
gyembaingizamu okutula omwo, ereme okubasese-
23 mera dala. So temutambuliranga mu mpisa
zegwanga, lyengoba mu maso gamwe: kubanga
bākolanga ebyo byona, era kyenvude mbakyawa.
24 Naye nabagamba mwe nti Mulisikira ensi yabwe,
nange ndigibawa okugirya, ensi ekulukuta na-
mata nomubisi gwenjuki: nze Mukama Katonda
25 wamwe, eyabawula mu mawanga. Kyemunava-
nga mwawula ensolo enongofu neteri nongofu,
nenyonyi eteri nongofu nenongofu: so temufu-
langa meme zamwe za mizizo olwensolo, oba
olwenyonyi, oba olwekintu kyona ekyekulula kunsi,
26 byenayawula gyemuli obutaba birongofu. Era
muliba batukuvu gyendi: kubanga nze Mukama
ndi mutukuvu, era nabawula mu mawanga mu-
bere abange.

Era omusaja oba omukazi asamira omuzimu, oba omulogo, talemanga ku'tibwa: banabakubanga amainja: omusai gwabwe gunabanga kubo. 27

21

Mukama nagamba Musa nti Yogera ne bakabona batabani ba Aloni, obagambe nti Tewabangawo muntu eyeyonona olwabo abafa ku bantube; wabula olwa bagandabe, abamuli okumpi mu luganda, nyina ne kitawe ne mutabaniwe ne muwalawe ne mugandawe; nolwa mwanyina atamanyanga musaja, amuli okumpi mu luganda, atalina ba, olwoyo ainza okweyonona. Teyononanga, bwaba omukulu mu bantube, okwevumisa. Tebamwanga kiwalata ku mutwe gwabwe, so tebamwanga nsonda za kirevu kyabwe, so tebesalanga na katono ku mubiri gwabwe. Baliba batukuvu eri Katonda wabwe, so tebavumisanga linya lya Katonda wabwe: kubanga bawayo ebiwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro, gwe mugati gwa Katonda wabwe: kyebaliva babera abatukuvu. Tebawasanga mukazi mwenzi, oba aliko empitambi; so tebawasanga mukazi eyagobebwa ba: kubanga mutukuvu eri Katondawe. Kyonovanga omutukuza; kubanga awayo omugati gwa Katondawo: aliba mutukuvu gyoli: kubanga nze Mukama abatukuza ndi mutukuvu. Era muwala wa kabona yena, bwanevumisanga nga yefula omwenzi, ngavumisa kitawe: anayokebwanga omuliro. 1 2 3 4 5 6 7 8 9

Noyo anabanga kabona omukulu mu bagandabe, afukibwako ku mutwe amafuta agafukibwako, era ayawulibwa okwambala ebyambalo ebyo, tasumululanga nviri za ku mutwegwe, so tayuzanga ngoyeze; so taingiranga eri omulambo gwona, so teyeyononanga olwa kitawe, newakubade olwa nyina; so tafulumanga mu watukuvu, 10 11 12

so tavumisanga watukuvu wa Katondawe; kubanga engule eyamafuta agafukibwako aga Ka-
13 tondawe gali kuye: nze Mukama. Era anawasa-
14 nga omukazi nga tanamanya musaja. Munamwandu oba eyagobebwa oba aliko empitambi, omwenzi, abo tabawasanga: naye omuwala atamanya-
15 nga musaja owokubantube gwanawasanga.. So tavumisanga zaderye mu bantube: kubanga nze ndi Mukama amutukuza.

16, 17 Mukama nagamba Musa nti Gamba Aloni nti Buli muntu yena owokuzaderyo mu mirembe gyabwe gyona anabangako obulema, tasemberanga
18 okuwayo omugati gwa Katondawe. Kubanga buli muntu yena anabangako obulema tasemberanga: omuzibe wamaso oba awenyera oba eyayononeka
19 enyindo, oba aliko ekintu kyona ekisu'kirira, oba
20 eyamenyeka okugulu, oba eyamenyeka omukono, oba alina ebango, oba mututūli, oba aliko obulema ku lisolye, oba alina obuwere, oba mubotongo, oba eyayatika enjagi; tewabangawo muntu wa ku zade
21 lya Aloni kabona, aliko obulema, anasemberanga okuwayo ebiwebwayo ebya Mukama ebikolebwa nomuliro: ngaliko obulema; tasemberanga okuwa-
22 yo omugati gwa Katondawe. Analyanga ku mugati gwa Katondawe, (ku mugati) omutukuvu enyo, era
23 ne ku mutukuvu. Kyoka taingiranga awali egigi, so tasembereranga kyoto, kubanga aliko obulema; aleme okuvumisa awatukuvu wange: kubanga
24 nze ndi Mukama atukuzawo. Awo Musa nagamba Aloni bwatyo ne batabanibe nabana bona aba Isiraeri.

22

1, 2 Mukama nagamba Musa nti Gamba Aloni ne batabanibe, bewalenga ebintu ebitukuvu ebyabana ba Isiraeri, byebatukuza gyendi, era baleme oku-

vumisa erinya lyange etukuvu: nze Mukama.
Bagambe nti Buli muntu yena owokuzade lya- 3
mwe lyona mu mirembe gyamwe gyona, anase-
mbereranga ebintu ebitukuvu, abana ba Isiraeri
byebatukuza eri Mukama, ngaliko obutali bulo-
ngofubwe, obulamu obwo bunazikirizibwanga mu
maso gange: nze Mukama. Buli muntu yena 4
owokuzade lya Aloni aliko ebigenge oba alina
enziku, talyanga ku bintu ebitukuvu okutusa
lwaliba omulongofu. Era buli anakomanga ku
kintu kyona ekitali kirongofu olwabafu, oba
omuntu avamu ama'nyi; oba buli anakomanga 5
ku kyewalula kyona ekiinza okumufula atali
mulongofu, oba ku muntu ainza okumusīga obu-
tali bulongofu, obutali bulongofu bwona bwaliko;
obulamu obwo obunakomanga kwebyo byona 6
anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi,
so talyanga ku bintu ebitukuvu, wabula nganа-
bye omubirigwe mu ma'zi. Awo enjuba ngegude, 7
anabanga mulongofu; oluvanyuma analyanga ku
bintu ebitukuvu, kubanga gwe mugatigwe. Ekina- 8
fanga kyoka, oba ekinatagulwatagulwanga ensolo,
talyangako okweyonona nakyo: nze Mukama.
Kyebanavanga bekuma kyenabaṭeresa, baleme 9
okubako ekibi olwekyo, nebafira mukyo, bweba-
nakivumisanga: nze ndi Mukama abatukuza. Te- 10
wabangawo mugenyi analyanga ku kintu ekitu-
kuvu: omuise ali ne kabona, oba omusenze ako-
lera empera, talyanga ku kintu ekitukuvu. Naye 11
kabona bwanagulanga obulamu bwona, agulibwa
nebintubye, oyo analyangako; nabo abazalirwa
mu nyumbaye, abo banalyanga ku mugatigwe.
Era muwala wa kabona bwanafumbirwanga omu- 12
genyi, talyanga ku kiwebwayo ekisitulibwa ku
bintu ebitukuvu. Naye muwala wa kabona bwa- 13
banga munamwandu, oba eyagobebwa, era nga
talina mwana, era ngakomyewo mu nyumba ya
kitawe, nga mu butobwe, analyanga ku mugati

gwa kitawe: naye tewabangawo mugenyi analya-
14 nga kugwo. Era omuntu bwanalyanga ku kintu
ekitukuvu nga tamanyiride, awo anakigatangako
ekitundu kyakyo ekyokutano, namuwa kabona
15 ekintu ekitukuvu. So tebavumisanga bintu bitu-
kuva bya bana ba Isiraeri, byebawayo eri Mu-
16 kama; nebabaletako (bwebatyo) obutali butukirivu
obuleta omusango, bwebalya ku bintu byabwe ebi-
tukuvu: kubange nze ndi Mukama abatukuza.
17, 18 Mukama nagamba Musa nti Yogera ne Aloni
ne batabanibe nabana bona aba Isiraeri, obagambe
nti Buli muntu yena owokunyumba ya Isiraeri,
oba ku bagenyi abali mu Isiraeri, anawangayo
ekitonekye, bwekinabanga obweyamo bwabwe
bwona, oba ekiwebwayo kyona kyebawayo ku-
bwabwe, kyebawayo eri Mukama okuba ekiwe-
19 bwayo ekyokebwa; (munawangayo) enume eteriko
bulema kunte, ku ndiga, oba ku mbuzi, mulyoke
20 mukirizibwe. Naye ekintu kyona ekiriko obu-
lema, ekyo temukiwangayo: kubanga tekibenga
21 kya kukirizibwa kulwamwe. Era buli anawa-
ngayo sadaka eyebiwebwayo olwemirembe eri
Mukama okutukiriza obweyamo, oba okuba kya-
wayo kububwe, kunte oba ku mbuzi, enebanga
ntukirivu eryoke ekirizibwe; tebangako bulema.
22 Enzibe yamaso, oba emenyefu, oba enema, oba
eriko amabwa oba obuwere oba kabotongo, ezo
temuziwangayo eri Mukama, so temubifulanga
23 ekiwebwayo nomuliro eri Mukama ku kyoto. Oba
ente oba omwana wendiga eriko ekintu kyona
ekisu'kirira oba ekitatuka mu bitundu byayo,
eyo oinza okuwayo okuba kyowayo kububwo:
24 naye okuba obweyamo tekirizibwenga. Eyabete-
ntebwa enjagi zayo, oba eyanyigibwa, oba eyaya-
tika, oba eyasalibwako ezo, temugiwangayo eri
Mukama; so temukolanga bwemutyo munsi ya-
25 mwe. So ne mu mukono gwa munagwanga temu-
wangayo mugati gwa Katonda wamwe ogugendera

kwezo zona; kubanga okwononeka kwazo kuli muzo, ziriko obulema: tezikirizibwenga kulwamwe.

Mukama nagamba Musa nti Ente oba ndiga 26, 27
oba mbuzi bwenezalibwanga, enemalanga enaku musanvu ngeyonka nyina wayo; awo okuva ku lunaku olwomusanvu nokukirawo enekirizibwanga okuba ekitone ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama. Era bweba ente oba 28
ndiga, temugi'tanga yo nomwana wayo byombi ku lunaku lumu. Era bwemunawangayo sadaka 29
eyokwebaza eri Mukama, munagiwangayo mulyoke mukirizibwe. Enerirwanga ku lunaku 30
olwo; temugisigazangako okutusa enkya: nze Mukama. Kyemunava mwekuma ebiragiro bya- 31
nge, nemubikola: nze Mukama. So temuvumi- 32
sanga linya lyange tukuvu; naye njagala okutukuzibwanga mu bana ba Isiraeri: nze Mukama 33
abatukuza, eyabagya munsi Yemisiri okuba Katonda wamwe: nze Mukama.

23

Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana 1, 2
ba Isiraeri, obagambe nti Embaga endagire eza Mukama, zemunalangiranga okuba okukung'ana okutukuvu, zino ze mbaga zange endagire. Ena- 3
ku omukaga zinakolerwangako omulimu: naye ku lunaku olwomusanvu ye sabiti eyokuwumula eyokwewombekerako, okukung'ana okutukuvu; temukolanga mulimu gwona: olwo sabiti eri Mukama mu nyumba zamwe zona.

Zino ze mbaga endagire eza Mukama, kwe ku- 4
kung'ana okutukuvu, zemunalangiranga mu ntuko zazo endagire. Mu mwezi ogwoluberyeberye, ku 5
lunaku olwekumi nenya akawungezi, kwe Kuitako kwa Mukama. Ne ku lunaku olwekumi netano 6
olwomwezi ogwo ye mbaga eyemigati egitazimbulukuswa eri Mukama: munaliranga enaku mu-

7 sanvu emigati egitazimbulukuswa. Ku lunaku olwoluberyeberye munakung'anyanga okukung'ana okutukuvu: temukolanga mulimu gwona ogemi-
8 kono. Naye munawerangayo enaku musanvu ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama: ku lunaku olwomusanvu wanabangawo okukung'ana okutukuvu; temukolanga mulimu gwa mikono.
9, 10 Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana ba Isiraeri, obagambe nti Bwemulimala okuingira munsi gyembawa, nemukungula ebikugulwa byayo, nemulyokanga muleta ekinywa ekyebiberye-
11 berye ebyebikungulwa byamwe eri kabona: naye anawubawubanga ekinywa mu maso ga Mukama, okukirizibwa kulwamwe: ku lwenkya oludirira
12 sabiti kabona kwanakiwubirawubiranga. Era ku lunaku kwemunawubirawubiranga ekinywa, munawangayo omwana wendiga omulume ataliko bulema atanamala mwaka gumu okuba ekiwe-
13 bwayo ekyokebwa eri Mukama. Nekiwebwayo kyako ekyobuta kinabanga ebitundu bibiri ebyekumi (ebya efa) ebyobu'ta obulungi obutabudwamu amafuta, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama okuba evumbe edungi: nekiwebwayo kyako ekyokunywa kinabanga kya mwenge, eki-
14 tundu ekyokuna ekya ini. So temulyanga mugati newakubade eng'ano ensike newakubade ebirimba ebibisi, okutusa olunaku olwo, okutusa lwemunamalanga okuleta ekitone kya Katonda wamwe: lye teka eritaligwawo mu mirembe gyamwe gyona mu nyumba zamwe zona.
15 Era munebaliranga okuva ku lwenkya oludirira sabiti, okuva ku lunaku kwemwaletera ekinywa ekyekiwebwayo ekiwubibwawubibwa; wanaba-
16 ngawo sabiti musanvu enamba: okutusa olwenkya oludirira sabiti eyomusanvu munabalanga enaku atano; awo munawangayo ekiwebwayo ekyobuta
17 obugya eri Mukama. Munafulumyanga mu nyumba zamwe emigati ebiri egiwubibwawubibwa

egyebitundu ebibiri ebyekumi (ebya efa): ginabanga gya buta bulungi, ginayokebwanga nekizimbulukusa, okuba ebiberyeberye eri Mukama. Era 18
munaletanga wamu nemigati abana bendiga musanvu abataliko bulema abatanamala mwaka gumu, nente ento emu, nendiga enume biri: zinabanga ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama, wamu nekiwebwayo kyako ekyobuta, nebiwebwayo byako ebyokunywa, kye kiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama. Era mu- 19
nawangayo embuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi, nabana bendiga abalume babiri abatanamala mwaka gumu okuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe. Awo kabona anaziwuba- 20
wubanga wamu nemigati egyebiberyeberye okuba ekiwebwayo ekiwubibwawubibwa mu maso ga Mukama, wamu nabana bendiga bombi: binabanga bitukuvu eri Mukama bya kabona. Era 21
munalangiranga ku lunaku olwo; wanabangawo okukung'ana okutukuvu gyemuli: temukolanga mulimu gwona ogwemikono: lye teka eritaligwawo mu nyumba zamwe zona mu mirembe gyamwe gyona.

Era bwemunakungulanga ebikungulwa ebyensi 22
yamwe, tomaliranga dala kukungula nsonda za nimiroyo, so tolondanga ebiyerebwa ebyebikugulwabyo: onobirekeranga omwavu nomugenyi: nze Mukama Katonda wamwe.

Mukama nagamba Musa nti Gamba abana ba 23, 24
Isiraeri nti Mu mwezi ogwomusanvu, ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi, wanabangawo okuwumula okwokwewombeka gyemuli, ekijukizo ekyokufuwa amakondere, okukung'ana okutukuvu. Temukolanga mulimu gwona ogwemikono: era 25
munawangayo ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama.

Mukama nagamba Musa nti Naye ku lunaku 26, 27
olwekumi olwomwezi ogwo ogwomusanvu lwe

lunaku olwokutangiririrako: lunabanga kukung'ana kutukuvu gyemuli, namwe munabonerezanga obulamu bwamwe; era munawangayo eki-
28 webwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama. So temukolanga mulimu gwona ku lunaku olwo: kubanga lwe lunaku olwokutangiririrako, okubatangirira mu maso ga Mukama Katonda wamwe.
29 Kubanga buli bulamu bwona obutabonerezebwenga ku lunaku olwo, anazikirizibwanga mu bantu-
30 be. Era buli bulamu bwona obunakolanga omulimu gwona ku lunaku olwo, obulamu obwo
31 nazikirizanga mu bantube. Temukolanga mulimu gwona: lye teka eritaligwawo mu mirembe gya-
32 mwe gyona mu nyumba zamwe zona. Lunabanga gyemuli sabiti eyokuwumula eyokwewombekerako, namwe munabonerezanga obulamu bwamwe: ku lunaku olwomwenda olwomwezi akawungezi, okusoka akawungezi okutusa akawungezi, munekumanga sabiti yamwe.
33, 34 Mukama nagamba Musa nti Gamba abana ba Isiraeri nti Ku lunaku olwekumi netano olwomwezi guno ogwomusanvu wanabangawo embaga eyensisira okumala enaku musanvu eri Mukama.
35 Ku lunaku olwoluberyeberye wanabangawo okukung'ana okutukuvu: temukolanga mulimu
36 gwona ogwemikono. Munawerangayo enaku musanvu ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama: ku lunaku olwomunana wanabangawo okukung'ana okutukuvu gyemuli; namwe munawangayo ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama: kwe kukung'ana okukulu; temukolanga mulimu gwona ogwemikono.
37 Ezo ze mbaga endagire eza Mukama, zemunalangiranga okuba okukung'ana okutukuvu, okuwangayo ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri
38 Mukama, ekiwebwayo ekyokebwa, nekiwebwayo ekyobuta, sadaka, nebiwebwayo ebyokunywa, kina kimu ku lunaku lwakyo: obutasako sabiti

za Mukama, nebirabo byamwe, nobweyamo bwamwe bwona, nebyo byona byemuwayo kubwamwe, byemuwa Mukama.

Naye ku lunaku olwekumi netano olwomwezi 39
ogwomusanvu, bwemunamalanga okukungula ebibala byensi, munekumiranga embaga ya Mukama enaku musanvu : ku lunaku olwoluberyeberye wanabangawo okuwumula okwokwewombeka, ne ku lunaku olwomunana wanabangawo okuwumula okwokwewombeka. Era ku lunaku olwolu- 40
beryeberye munetwaliranga ebibala byemiti emirungi, amatabi genkindu, namatabi gemiti emiziivu, nemiti egyokumiga ; era munasanyukiranga enaku musanvu mu maso ga Mukama Katonda wamwe. Era munagyekumiranga okuba embaga eri Muka- 41
ma enaku musanvu buli mwaka : lye teka eritaligwawo mu mirembe gyamwe : munagyekumiranga mu mwezi ogwomusanvu. Munamalanga 42
enaku musanvu mu nsisira : enzalwa bona abomu Isiraeri banatulanga mu nsisira : emirembe 43
gyamwe giryoke gimanye nga natuza abana ba Isiraeri mu nsisira, bwenabagya munsi Yemisiri : nze Mukama Katonda wamwe. Awo Musa 44
nabulira abana ba Isiraeri embaga endagire eza Mukama.

24

Mukama nagamba Musa nti Lagira abana 1, 2
ba Isiraeri, bakuletere amafuta amalungi aga zeituni amakube olwetabaza, okwasanga etabaza olutata. Ebweru wegigi eryobujulizi, mu wema 3
eyokusisinkanirangamu, Aloni wanagirongoserezanga okusoka akawungezi okutusa enkya mu maso ga Mukama olutata : linabanga teka eritaligwawo mu mirembe gyamwe gyona. Etabaza 4
anazirongoserezanga ku kikondo ekirongofu mu maso ga Mukama olutata.

5 Era onodiranga obuta obulungi, nogyamu
emigati kumi nebiri emyokye: ebitundu bibiri
ebyekumi ebya efa binabanga mu mugati gumu.
6 Era onogitegekanga embu biri, buli lubu mukaga,
7 ku meza enongofu mu maso ga Mukama. Era
onotekanga omugavu omulongofu ku buli
lubu, gubere ekijukizo eri emigati, ekiwebwayo
8 ekikolebwa nomuliro eri Mukama. Buli sabiti
anagitegekanga mu maso ga Mukama olutata; ye
9 ndagano eterigwawo kulwabana ba Isiraeri. Era
ginabanga gya Aloni ne batabanibe; era banagiriranga mu kifo ekitukuvu: kubanga mitukuvu
nyo gyali ku biwebwayo ebya Mukama ebikolebwa
nomuliro olweteka eritaligwawo.
10 Awo mutabani womukazi Omuisiraeri, kitawe
Mumisiri, nafuluma nagenda mu bana ba Isiraeri:
mutabani womukazi Omuisiraeri nomusaja wa
11 Isiraeri nebawakanira mu lusisira; mutabani
womukazi Omuisiraeri navola Erinya nakolima:
nebamuletera Musa. Ne nyina erinyalye Seromisi, muwala wa Dibiri, owomukika kya Dani.
12 Nebamusiba balyoke babulirwe mu kamwa ka
13, 14 Mukama. Mukama nagamba Musa nti Mufulumye oyo akolimye ebweru wolusisira; nabo
bona abamuwulide bateke emikono gyabwe ku
mutwegwe, ekibina kyona kimukube amainja.
15 Era onogamba abana ba Isiraeri nti Buli anakoli-
16 miranga Katondawe anabangako ekibikye. Noyo
anavolanga erinya lya Mukama talemanga ku'tibwa; ekibina kyona tekiremanga kumukuba
mainja: omugenyi naye era nenzalwa, bwanavo-
17 langa erinya (lya Mukama), ana'tibwanga. Noyo
anakubanga omuntu yena namu'ta talemanga
18 ku'tibwa; noyo anakubanga ensolo nagi'ta anagiri-
19 wanga: obulamu olwobulamu. Era omuntu
bwanalemazanga muliranwawe; nga bwakoze,
20 bwanakolebwanga bwatyo; ekinubule olwekinubule, eriso olweriso, erinyo olwerinyo: nga

bwalemazi'za omuntu, bwanasasulibwanga bwatyo.
Noyo ana'tanga ensolo anagiriwanga: noyo ana- 21
'tanga omuntu ana'tibwanga. Munabanga neteka 22
limu eri omugenyi era nenzalwa: kubanga nze
Mukama Katonda wamwe. Awo Musa nagamba 23
abana ba Isiraeri, nebamufulumya oyo eyakolima
ebweru wolusisira, nebamukuba amainja. Abana
ba Isiraeri nebakola nga Mukama bweyalagira
Musa.

25

Mukama nagambira Musa ku lusozi Sinai nti 1
Yogera nabana ba Isiraeri, obagambe nti Bwemu- 2
liingira munsi gyembawa, ensi neryokanga ye-
kuma sabiti eri Mukama. Enimiroyo onogisigi- 3
ranga emyaka mukaga, nolusukulwo olwemizabibu
onolusaliriranga emyaka mukaga, nokungula
ebibala byalwo; naye mu mwaka ogwomusanvu 4
wanabangawo sabiti eyokuwumula eyokwewo-
mbekerako eri ensi, sabiti eri Mukama: tosiganga
nimiroyo, so tosaliranga lusukulwo. Ekyo eki- 5
mera kyoka ku bikungulwabyo tokikungulanga,
ne zabibu ezokumuzabibugwo ogutali musalire
tozinoganga: gunabanga mwaka gwa kuwumula
okwokwewombeka eri ensi. Era sabiti eyensi 6
enebanga kya kulya gyemuli; eri gwe neri omu-
duwo nomuzanawo, nomusenzewo akolera empera
nomugenyiwo atula nawe; neri ebisibobyo ne- 7
nsolo eziri munsiyo, ekyengera kyayo kyona kina-
banga kya kulya.

Era onebaliranga sabiti musanvu ezemyaka, 8
emyaka musanvu emirundi musanvu; era wana-
bangawo gyoli enaku eza sabiti musanvu eze-
myaka, gye myaka ana mu mwenda. Awo nolyo- 9
kanga otambuza ekondere eryedobozi edene ku
lunaku olwekumi olwomwezi ogwomusanvu; ku
lunaku olwokutangiririrako kwemunatambuli-

10 zanga ekondere okubuna ensi yamwe yona. Era
munatukuzanga omwaka ogwātano, nemulangira
edembe munsi yona eri abo bona abagitulamu:
gunabanga jubiri gyemuli; era munakomangawo
buli muntu mu butakabwe, era munakomangawo
buli muntu mu ng'andaze.
11 Omwaka ogwo ogwātano gunabanga jubiri gye-
muli: temusiganga, so temukungulanga ekyo eki-
mera kyoka mugwo so temunoganga mugwo ku
12 mizabibu egitali misalire. Kubanga jubiri; guna-
banga mutukuvu gyemuli: munalyanga ekyengera
13 kyagwo nga mukigya mu nimiro. Mu mwaka
ogwo ogwa jubiri mwemunakomerangawo buli
14 muntu mu butakabwe. Era bwonoguzanga muli-
ranwawo ekintu kyona, oba bwonogulanga mu mu-
15 kono gwa muliranwawo, temulyazamanyagananga:
ngomuwendo gwemyaka bweguli egidiride jubiri
bwonogulananga ne muliranwawo, (era) ngomuwe-
ndo gwemyaka egyebikungulwa bweguli bwana-
16 kuguzanga. Ngemyaka bweginenkananga obungi
bwonoyongeranga bwotyo ku muwendo gwakyo,
era ngemyaka bweginenkananga obutono bwonosa-
langa bwotyo ku muwendo gwakyo; kubanga
17 omuwendo gwebikungulwa gwakuguza. So temu-
lyazamanyagananga; nave otyanga Katondawo:
18 kubanga nze Mukama Katonda wamwe. Kye-
munavanga mukola amateka gange, nemwekuma
emisango gyange nemugikola; era munatulanga
19 munsi mirembe. Era ensi enebalanga ebibala
byayo, namwe munalyanga oku'kuta, nemutula
20 omwo mirembe. Era bwemunayogeranga nti
Tulirya ki mu mwaka ogwomusanvu? laba, tetu-
21 lisiga, so tetulikungula kyengera kyafe: awo nala-
giranga omukisa gwange (okubera) kumwe mu
mwaka ogwomukaga, era gunabalanga ebibala
22 ebyemyaka gyonsatule. Era munasiganga mu
mwaka ogwomunana, nemulya ku bibala ebyate-
rekebwa eda; okutusa ku mwaka ogwomwenda

okutusa ebibala byayo lwebirituka, munalyanga ku byaterekebwa eda. So ensi tetundibwanga 23
okugiviramu dala enaku zona; kubanga ensi yange: kubanga muli bagenyi era abaise gyendi.
Ne munsi yona eyobutaka bwamwe munakirizanga 24
ensi okununulibwa.

Mugandawo bwabanga ayavuwade, natunda ku 25
butakabwe, awo mugandawe asinga okumuba okumpi mu luganda anajanga, nanunula ekyo mugandawe kyatunze. Era omuntu bwata- 26
bako anakinunula, era ngagagawade nalaba ebinamala okukinunula; awo abalenga emyaka 27
gyekyatundirwamu nadiza ebisu'kiridemu omuntu gweyakiguza; naye anadanga mu butakabwe.
Naye bwabanga tainza kukyediza, awo ekyo kye- 28
yatunda kinaberanga mu mukono gwoyo eyakigula okutusa ku mwaka gwa jubiri: awo kinagenderanga mu jubiri, naye anadanga mu butakabwe.

Era omuntu bwatundanga enyumba eyokutu- 29
lamu mu kibuga ekiriko bugwe, awo anainzanga okuginunula omwaka omulamba nga teguna-gwako kasokede etundibwa; anamalanga omwaka omulamba ngalina obuinza obwokununula. Era 30
bwetenunulirwenga mu banga eryomwaka omulamba, awo enyumba eri mu kibuga ekiriko bugwe enefukiranga dala yoyo eyagigula okuba eyiye enaku zona, mu mirembegye gyona: tegenderanga mu jubiri. Naye enyumba ezomubyalo ebitaliko 31
bugwe okubyetolola zinabalirwanga wamu nenimiro ezomubyalo: zinainzikanga okununulibwa, era zinagenderanga mu jubiri. Naye ebibuga 32
Ebyabalevi, enyumba ezomubibuga ebyobutaka bwabwe, Abalevi banainzanga okuzinunula mu biro byona. Era omu ku Balevi bwananunulanga, 33
awo enyumba eyatundibwa, nekibuga ekyobutakabwe, binagenderanga mu jubiri: kubanga enyumba ezomubibuga Ebyabalevi bwe butaka

34 bwabwe mu bana ba Isiraeri. Naye enimiro
eyomubyalo ebiriranye ebibuga byabwe tetundi-
bwanga; kubanga bwe butaka bwabwe olwenaku
zona.
35 Era mugandawo bwabanga ayavuwade, omuko-
nogwe negugwamu amānyi gyoli; awo onomu-
beranga: anatulanga nawe ngomugenyi era
36 ngomwang'anguse. Tomutwalangako magoba
newakubade ebisukirira; naye otyanga Kato-
37 ndawo: mugandawo alyoke atule nawe. Tomu-
wolanga bintubyo lwa magoba, so tomuwanga bya
38 kulyabyo olwebisukirira. Nze Mukama Katonda
wamwe, eyabagya munsi Yemisiri, okubawa ensi
ya Kanani, okuba Katonda wamwe.
39 Era mugandawo bwabanga ayavuwalide gyoli,
neyetunda gyoli; tomufulanga mudu okuku-
40 wereza: anaberanga nawe ngomusenze akolera
empera era ngomwang'anguse; anakuwerezanga
41 okutusa ku mwaka gwa jubiri: nalyokanga
akuvako, ye nalsanabe awamu naye, nada mu
ng'andaze ye, ne mu butaka bwa bakitawe
42 mwanadiranga. Kubanga badu bange, bena-
gya munsi Yemisiri: tebatundibwanga okuba
43 abadu. Tomufuganga lwa mānyi; naye otyanga
44 Katondawo. Nabadubo, nabazanabo, bonobanga
nabo; ku mawanga agabetolode, kwabo kwemuna-
45 gulanga abadu nabazana. Era ku bana babage-
nyi abatula mumwe, kwabo kwemunagulanga
ne ku ng'anda zabwe eziri namwe, bebazalira
munsi yamwe: nabo banabanga nvuma zamwe.
46 Era munabafulanga obusika eri abana bamwe
abalibadirira, okuba nabo okuba envuma; kwabo
kwemunatwalanga abadu bamwe enaku zona:
naye baganda bamwe abana ba Isiraeri temuba-
fuganga mweka na mweka lwa mānyi.
47 Era omugenyi oba mwang'anguse ali nawe bwa-
banga agagawade, ne mugandawo ngayavuwalide
gyali, neyetunda eri omugenyi (oba) mwang'anguse

ali nawe, oba eri olukolo lweng'anda zomwa-
ng'anguse: bwanamalanga okutundibwa anainza- 48
nga okununulibwa; omu ku bagandabe anainzanga
okumununula: oba kojawe, oba mutabani wa 49
kojawe, anainzanga okumununula; oba muntu
yena ku ng'andaze amuli okumpi mu luganda
anainzanga okumununula oba bwabanga agaga-
wade, anainzanga okwenunula yeka. Era ana- 50
baliranga oyo eyamugula okuva ku mwaka
mweyetundira gyali okutusa ku mwaka gwa
jubiri: nomuwendo ogwokutundibwakwe guna-
banga ngomuwendo gwemyaka bwegunabanga;
ngebiro ebyomusenze akolera empera bwebiri
bwatyo bwanabanga naye. Obanga ekyasigadeyo 51
emyaka mingi, ngegyo bwegiri bwana'zanga bwa-
tyo ku muwendo ogwokununulibwakwe ngagugya
ku bintu ebyamugula. Era obanga ekyasigadeyo 52
emyaka mitono okutusa ku mwaka gwa jubiri,
awo anamubaliranga; ngemyakagye bwegiri bwa-
na'zanga bwatyo omuwendo ogwokununulibwa-
kwe. Anabanga naye ngomusenze akolera empera 53
buli mwaka: tamufuganga lwa mānyi mu masogo.
Era bwatanununlibwenga bwatyo, awo anagende- 54
ranga mu mwaka gwa jubiri, ye nabanabe awamu
naye. Kubanga abana ba Isiraeri badu gyendi; 55
be badu bange benagya munsi Yemisiri: nze
Mukama Katonda wamwe.

26

Temwekoleranga bifananyi, so temwesimbi- 1
ranga kifananyi kyole, newakubade empagi, so
temutekanga munsi yamwe jinja lyona eririko
enjola, okulivunamiranga: kubanga nze Katonda
wamwe. Mwekumanga sabiti zange, nemusamu 2
ekitibwa awatukuvu wange: nze Mukama.
Bwemunatambuliranga mu mateka gange nemwe- 3

4 kuma ebiragiro byange nemubikola; awo nawanga
enkuba yamwe mu ntuko zayo, nensi enebalanga
ekyengera kyayo, nemiti egyomunimiro ginaba-
5 langa ebibala byagyo. Nokuwula kwamwe kuna-
tukanga ku kunoga zabibu, nokunoga kunatukanga
ku biro ebyokusigiramu: era munalyanga emi-
gati gyamwe okukuta, nemutula munsi yamwe
6 mirembe. Nange nawanga emirembe munsi, era
munagalamiranga so tewabenga anabatisanga: era
ndimalawo ensolo embi munsi, so nekitala teki-
7 itenga munsi yamwe. Namwe munagobanga
abalabe bamwe, era banagwanga mu maso gamwe
8 nekitala. Era abatano kumwe banagobanga eki-
kumi, nekikumi kumwe banagobanga akakumi:
nabalabe bamwe banagwanga mu maso gamwe
9 nekitala. Era ndibasako omwoyo, nembazalisa,
nembāza; era ndinyuweza endagano yange namwe.
10 Era munalyanga ku byaterekebwa eda ebyalude,
11 era munafulumyanga ebyeda olwebigya. Era ndi-
teka enyumba yange mumwe: nobulamu bwange
12 tebulibakyawa. Era natambulanga mumwe ne-
mbera Katonda wamwe, namwe munabanga bantu
13 bange. Nze Mukama Katonda wamwe eyabagya
munsi Yemisiri, muleme okuba abadu babwe; era
namenya ebisiba ebyekikoligo kyamwe, nemba-
tambuza nga mwesimbye.
14 Naye bwemutalimpulira nemutakola biragiro
15 bino byona; era bwemuligana amateka gange, no-
bulamu bwamwe bwebulikyawa emisango gyange,
nobutakola nemutakola biragiro byange byona,
16 naye nemuleka endagano yange; nange ndi-
bakola bwenti; ndiragira entisa (okubera) kumwe,
akakono nomusuja, ebirimalamu amaso, nebiko-
zimbya obulamu: era munasigiranga busa ensigo
zamwe, kubanga abalabe bamwe banaziryanga.
17 Era ndibolekeza amaso gange, namwe munakubi-
bwanga mu maso gabalabe bamwe: ababakyawa
be banabafuganga; era munadukanga nga tewali

agoba. Era nebyo byona bwebiriremwa okuba- 18
mpuliza, awo ndyeyongera emirundi musanvu
okubabonereza olwebibi byamwe. Era ndimenya 19
amalala agobuinza bwamwe; era ndifula egulu
lyamwe okuba ngekyuma, netaka lyamwe okuba
ngekikomo: namānyi gamwe ganagenderanga 20
busa: kubanga ensi yamwe tebalenga kyengera
kyayo, so nemiti egyomunsi tegibalenga bibala
byagyo. Era bwemunatambuliranga mu kuyo- 21
mba nange, nemutampulira; ndyeyongera emi-
rundi musanvu okubaletako ebibonyobonyo
ngebibi byamwe bwebiriba. Era ndisindika mu- 22
mwe ensolo eyomunsiko, eribanyagako abana
bamwe, era erizikiriza ebisibo byamwe, era
eribakendeza; namakubo gamwe galizika. Era 23
nebyo bwebiriremwa okubakomyawo gyendi,
naye nemutambulira mu kuyomba nange; awo 24
nange nditambulira mu kuyomba namwe;
era ndibakuba emirundi musanvu, nze mwene,
olwebibi byamwe. Era ndibaletako ekitala, ekiri- 25
walana egwanga eryendagano; era mulikung'a-
nyizibwa wamu mu bibuga byamwe: era ndisi-
ndika kawumpuli kumwe; era muligabulwa mu
mukono gwomulabe. Bwendimenya omugo gwa- 26
mwe ogwomugati, abakazi kumi balyokera emi-
gati gyamwe mu kabiga kamu, era bali'za nate
emigati gyamwe nga bagipimye mu minzani: era
munalyanga nemuta'kuta.

Era nebyo byona bwebiriremwa okubampuliza, 27
naye nemutambulira mu kuyomba nange; awo 28
nditambulira mu kuyomba namwe mu kiruwi; era
ndibabonereza emirundi musanvu olwebibi bya-
mwe. Era munalyanga enyama ya batabani 29
bamwe, nenyama ya bawala bamwe gyemuna-
lyanga. Era ndizikiriza ebifo byamwe ebigulu- 30
mivu, nensulira dala ebifananyi byamwe ebye-
njuba, nensula emirambo gyamwe ku mirambo
gyebifananyi byamwe; nobulamu bwange buli-

31 bakyawa. Era ndizisa ebibuga byamwe, era ndi-
fula awatukuvu wamwe nkōla, so siriwulira lusu
32 lwakalosa kamwe. Era ndifula ensi lukola:
33 nabalabe bamwe abagitulamu baligyewunya. Na-
mwe ndibasasanya mu mawanga, nensowola
ekitala okubagoberera: nensi yamwe eriba lu-
34 kola, nebibuga byamwe birizika. Awo ensi
neryokanga esanyukira sabiti zayo, enaku zona
zerizikira, namwe nga muli munsi yabalabe bamwe;
awo ensi neryokanga ewumula nesanyukira sabiti
35 zayo. Enaku zona zerizikira enewumulanga;
okuwumula okwo kwetabanga nakwo ku sabiti
36 zamwe nga mukyalimu. Nabo abalisigala kumwe,
ndisindika obutabamu mwoyo mu mutima gwabwe
munsi zabalabe babwe: nedobozi lyakasubi akame-
nyeka linabagobanga; era banadukanga ngomuntu
bwaduka ekitala; era banagwanga nga tewali
37 agoba. Era banalinyagananga boka na boka, nga-
baduka ekitala, nga tewali agoba: so temuliba
na mānyi okuimirira mu maso gabalabe bamwe.
38 Era mulizikiririra mu mawanga, nensi yabalabe
39 bamwe eribalya. Nabo abalisigala kumwe bali-
kozimbira mu butali butukirivu bwabwe munsi
zabalabe bamwe; era ne mu butali butukirivu
bwa bajaja babwe mwebalikozimbira wamu
40 nabo. Era balyatula obutali butukirivu bwabwe,
nobutali butukirivu bwa bajaja babwe, mu ku-
41 sobya kwabwe kwebansobyako, era nga kyenava
ntambulira nange mu kuyomba nabo nembaleta
munsi yabalabe babwe, kubanga bātambulira mu
kuyomba nange: awo omutima gwabwe ogutali
mukomole bwegulitowazibwa, awo nebakiriza
okubonerezebwa kwobutali, butukirivu bwabwe;
42 awo nendyoka njijukira endagano yange gyena-
lagana ne Yakobo; era nendagano gyenalagana ne
Isaka, era nendagano yange gyenalagana ne Ibu-
43 laimu ndigijukira; era ndijukira ensi. Era nensi
baligireka, nesanyukira sabiti zayo, ngekyazise

bo nga tebalimu; era balikiriza okubonerezebwa kwobutali butukirivu bwabwe: kubanga bagana emisango gyange, eyo ye nsonga, nobulamu bwabwe nebukyawa amateka gange. Era naye ebyo 44
byona nga bimaze okubawo, bwebaliba nga bali munsi yabalabe babwe, siribagana, so siribakyawa, okubazikiririza dala, nokuleka endagano yange gyenalagana nabo: kubanga nze Mukama Katonda wabwe: naye ndijukira kulwabwe endagano 45
ya bajaja babwe, benagyira munsi Yemisiri mu maso gamawanga, ndyoke mbere Katonda wabwe: nze Mukama.

Ago ge mateka nemisango nebiragiro Mukama 46
byeyasawo wakatiwe nabana ba Isiraeri ku lusozi Sinai nomukono gwa Musa.

27

Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana 1, 2
ba Isiraeri, obagambe nti Omuntu bwanatukirizanga obweyamo, emibiri ginabanga gya Mukama ngokubalakwo bwekunabanga. Nokubalakwo 3
okwomusaja eyakamaze emyaka abiri okutusa ku myaka enkaga, okubalakwo kunabanga sekeri za feza atano, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri. Era 4
bwanabanga owobuwala, awo okubalakwo kunabanga sekeri asatu. Era bwanabanga yakamaze 5
emyaka etano okutusa ku myaka abiri, awo okubalakwo okwowobulenzi kunabanga sekeri abiri, nokwowobuwala sekeri kumi. Era bwanabanga 6
yakamaze mwezi gumu okutusa ku myaka etano, awo okubalakwo okwowobulenzi kunabanga sekeri za feza tano, nokubalakwo okwowobuwala kunabanga sekeri za feza satu. Era bwanabanga 7
yakamaze emyaka enkaga nokukirawo; bwanabanga omusaja, awo okubalakwo kunabanga sekeri kumi na tano, nokwomukazi sekeri kumi. Naye 8

bwanabanga omwavu okusinga okubalakwo, awo
anaimirizibwanga mu maso ga kabona, kabona na-
musalira omuwendo; ngobuinza bwoyo eyeyama
bwebunabanga, bwatyo kabona bwanamusaliranga.
9 Era bwenebanga ensolo, abantu gyebawayo okuba
ekirabo eri Mukama, byona omuntu yena byana-
wangayo kwezo eri Mukama binabanga bitukuvu.
10 Tagikyusanga so tagiwanyisanga, ekirungi mu
kifo kyekibi, oba ekibi mu kifo kyekirungi: noku-
wanyisa bwanawanyisanga ensolo nensolo, awo
eyo era neri e'ze mu kifo kyayo zombi zinabanga
11 ntukuvu. Era bwenebanga ensolo yona eteri no-
ngofu, gyebatawayo okuba ekitone eri Mukama,
awo anaimirizanga ensolo mu gaso ga kabona:
12 awo kabona anagiramulanga, obanga nungi oba-
nga mbi: nga gwe kabona bwonogiramulanga, bwe-
13 nebanga bwetyo. Naye okununula bwanayaga-
langa okuginununula, awo anagatangako ekitundu
kyayo ekyokutano ku bintu byolamude.
14 Era omuntu bwanatukuzanga enyumbaye okuba
entukuvu eri Mukama, awo kabona anagiramu-
langa, obanga nungi obanga mbi: nga kabona
15 bwanagiramulanga, bwenebanga bwetyo. Era oyo
eyagitukuza bwanayagalanga okununula enyu-
mbaye, awo anagatangako ekitundu ekyokutano
ekyebintu byolamude, neba yiye.
16 Era omuntu bwanatukuzanga eri Mukama ekitundu kyenimiro yobutakabwe, awo okulamula-
kwo kunabanga ngokusigibwa kwayo bwekuna-
banga: okusiga kwa komeri ogwa sairi (kunalamu-
17 lwanga) sekeri eza feza atano. Bwanatukuzanga
enimiroye okuva ku mwaka gwa jubiri, enebanga
18 ngokulamulakwo bwekunabanga. Naye bwa-
natukuzanga enimiroyoye jubiri nga guwedeko,
awo kabona anamubaliranga ebintu ngemyaka
bwegiri egikyasigadeyo okutusa ku mwaka gwa
19 jubiri, nebakendeza ku bintu byewalamula. No-
kununula oyo eyatukuza enimiro bwanayagalanga

okuginunula, awo anagatangako ekitundu ekyokutano ekyebintu byewalamula, nefukira dala yiye. Era bwatayagalenga kununula nimiro, oba 20
bwabanga aguzi'za enimiro omulala, tekyanunulibwanga nate: naye enimiro bwenegenderanga mu 21
jubiri, enebanga ntukuvu eri Mukama, ngenimiro eyawongebwa; enebanga ya kabona ya nvuma. Era bwanatukuzanga eri Mukama enimiro 22
gyeyagula, eteri ya mu nimiro ya butakabwe; awo kabona anamubaliranga omuwendo gwebintu 23
byewalamula okutusa ku mwaka gwa jubiri: era anawanga ebintu byewalamula ku lunaku olwo, ngekintu ekitukuvu eri Mukama. Mu 24
mwaka gwa jubiri enimiro erida eri oyo eyagitunda, ye nanyini butaka obwenimiro. Noku- 25
lamulakwo kwona kunabanga nga sekeri bweri eyomuwatukuvu: gera amakumi abiri zinabanga sekeri.

Wabula egula enda mu nsolo, ebera eya Mu- 26
kama egula enda, tewabangawo anagitukuzanga; obanga nte, obanga ndiga, eba ya Mukama. Era 27
bwenebanga ya ku nsolo eteri nongofu, awo anaginunulanga ngokulamulakwo bwekunabanga, nagatako ekitundu kyako ekyokutano: oba bwetenunulibwenga, awo enetundibwanga ngokulamulakwo bwekunabanga.

Naye tewabanga kintu ekyawongebwa, omuntu 28
kyanawongeranga Mukama ku byona byalina, obanga muntu obanga nsolo, obanga nimiro ya butakabwe, ekinatundibwanga oba ekinanunulibwanga: buli kintu ekyawongebwa kiba kitukuvu nyo eri Mukama. Tewabanga eyawongebwa, 29
anawongebwanga ku bantu, ananunulibwanga; talemanga kutibwa.

Era ebitundu byona ebyekumi ebyensi, obanga 30
bya nsigo za nsi, obanga bya bibala bya muti, bya Mukama: biba bitukuvu eri Mukama. Era omuntu bwanayagalanga okununula ku 31

bitundubye ebyekumi, anagatangako ekitundu
32 kyabyo ekyokutano. Era ebitundu byona ebye-
kumi ebyente oba ebyendiga, buli eita wansi
womugo, ebitundu ebyekumi binabanga bitukuvu
33 eri Mukama. Takeberanga obanga nungi obanga
mbi so tagiwanyisanga: nokuwanyisa bwana-
giwanyisanga, awo eyo era neri e'ze mu kifo kyayo
zombi zinabanga ntukuvu; tenunulibwanga.
34 Ebyo bye biragiro, Mukama byeyalagira Musa
olwabana ba Isiraeri ku lusozi Sinai.

EKITABO

KYA MUSA EKYOKUNA KYEBAITA

OKUBALA.

1

Awo Mukama nayogerera ne Musa mu dungu lya Sinai, mu wema eyokusisinkanirangamu, ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi ogwokubiri, mu mwaka ogwokubiri nga bamaze okuva munsi Yemisiri, ngayogera nti Mubale omuwendo gwekibina kyona ekyabana ba Isiraeri, ngeng'anda zabwe bweziri, ngenyumba za bakitabwe bweziri, ngomuwendo gwamanya bweguli, buli musaja, ngemitwe gyabwe bwegiri; abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza okutabala mu Isiraeri, gwe ne Aloni mulibabala ngegye lyabwe bweriri. Era waliba wamu namwe omusaja owomu buli kika; buli muntu omutwe gwenyumba ya bakitawe. Era gano ge manya gabasaja abaliimirira awamu namwe: ku Leubeni; Erizula mutabani wa Sedeula. Ku Simeoni; Serumieri mutabani wa Zulisadai. Ku Yuda; Nakasoni mutabani wa Aminadabu. Ku Isakali; Nesaneri mutabani wa Zuala. Ku Zebuluni; Eriabu mutabani wa Keroni. Ku bana ba Yusufu: ku Eferaimu; Erisama mutabani wa Amikuda: ku Manase; Gamalieri mutabani wa

11 Pedazula. Ku Benyamini; Abidani mutabani
12 wa Gideoni. Ku Dani; Akiezera mutabani wa
13 Amisadai. Ku Aseri; Pagieri mutabani wa
14 Okerani. Ku Gada; Eriasafu mutabani wa
15 Deweri. Ku Nafutali; Akira mutabani wa
16 Enani. Abo be bāitibwa ku kibina, abakulu bebika bya bakitabwe; gye gyali emitwe gyenku-
17 mi za Isiraeri. Awo Musa ne Aloni nebatwala
18 abasaja abo abatudwa amanya: nebakung'anya ekibina kyona ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi ogwokubiri, nebātula okuzalibwa kwabwe ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo,
19 ngemitwe gyabwe bwegyali. Nga Mukama bweyalagira Musa, bwatyo bweyababalira mu dungu lya Sinai.
20 Nabana ba Leubeni, omuberyeberye wa Isiraeri, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, ngemitwe gyabwe bwegyali, buli musaja eyakamaze emyaka abiri nokukira-
21 wo, bona abainza okutabala; abābalibwa kubo, ku kika kya Leubeni, bāli obukumi buna mu kakaga mu bitano.
22 Ku bana ba Simeoni, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, abābalibwa kubo, ngomuwendo gwamanya bwegwali, ngemitwe gyabwe bwegyali, buli musaja eyakamaze emyaka abiri noku-
23 kirawo, bona abainza okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Simeoni, bāli obukumi butano mu kenda mu bisatu.
24 Ku bana ba Gada, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abai-
25 nza okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya

Gada, bāli obukumi buna mwenkumi tano mu lukaga mwatano.

Ku bana ba Yuda, okuzalibwa kwabwe, nge- 26
ng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakita-
bwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali,
abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abai-
nza okutabala: ababalibwa kubo, ku kika kya 27
Yuda, bāli obukumi musanvu mwenkumi nya mu
lukaga.

Ku bana ba Isakali, okuzalibwa kwabwe, nge- 28
ng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakita-
bwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali,
abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abai-
nza okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya 29
Isakali, bāli obukumi butano mwenkumi nya mu
bina.

Ku bana ba Zebuluni, okuzalibwa kwabwe, nge- 30
ng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe
bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, aba-
kamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza
okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Zebu- 31
luni, bāli obukumi butano mu kasanvu mu bina.

Ku bana ba Yusufu, ku bana ba Eferaimu, 32
okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali,
ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo
gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri no-
kukirawo, bona abainza okutabala; ababalibwa 33
kubo, ku kika kya Eferaimu, bāli obukumi buna
mu bitano.

Ku bana ba Manase, okuzalibwa kwabwe, nge- 34
ng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakita-
bwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali,
abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona aba-
inza okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya 35
Manase, bāli obukumi busatu mwenkumi biri mu
bibiri.

Ku bana ba Benyamini, okuzalibwa kwabwe, 36
ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakita-

bwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abai-
37 nza okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Benyamini, bāli obukumi busatu mwenkumi tano mu bina.
38 Ku bana ba Dani, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza oku-
39 tabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Dani, bāli obukumi mukaga mwenkumi biri mu lusanvu.
40 Ku bana ba Aseri, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza
41 okutabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Aseri, bāli obukumi buna mu lukumi mu bitano.
42 Ku bana ba Nafutali, okuzalibwa kwabwe, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, ngomuwendo gwamanya bwegwali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza oku-
43 tabala; ababalibwa kubo, ku kika kya Nafutali, bāli obukumi butano mwenkumi satu mu bina.
44 Abo be babalibwa, Musa ne Aloni bebabala, nabakulu ba Isiraeri, abasaja kumi nababiri: buli
45 muntu wa mu nyumba ya bakitawe. Bwebatyo bona ababalibwa ku bana ba Isiraeri ngenyumba za bakitabwe bwezali, abakamaze emyaka abiri nokukirawo, bona abainza okutabala mu Isiraeri;
46 bona ababalibwa bāli obusirivu mukaga mwenkumi satu mu bitano mwatano.
47 Naye Abalevi ngekika kya bakitabwe bwekyali
48 tebababalibwa mubo. Kubanga Mukama yamuga-
49 mba Musa nti Kyoka ekika kya Levi tolikibala, so tolinonya muwendo gwabwe mu bana ba Isira-
50 eri: naye Abalevi obafule abakulu benyumba eyobujulizi, era abebintu byayo byona, era owebintu byona ebigenderako: banasitulanga enyumba, ne-

bintu byayo byona; era banagiwerezanga, era banasiriranga okwetolola enyumba. Era enyumba 51
bwenebanga etambula, Abalevi be banagisimbulanga: era enyumba bwenebanga esimbibwa, Abalevi be banagisimbanga: era omunagwanga anasemberanga ana'tibwanga. Era abana ba Isiraeri 52
banasimbanga ewema zabwe, buli muntu okulirana nolusisiralwe ye, era buli muntu okulirana nebenderaye ye, ngegye lyabwe bweriri. Naye 53
Abalevi banasisiranga okwetolola enyumba eyobujulizi, waleme okuba obusungu ku kibina kyabana ba Isiraeri: era Abalevi banabanga nomulimu ogwokukuma enyumba eyobujulizi. Bweba- 54
tyo bwebākola abana ba Isiraeri; nga byona bwebyali Mukama byeyalagira Musa, nebakola bwebatyo.

2

Awo Mukama nagamba Musa ne Aloni nti 1
Abana ba Isiraeri banasisiranga buli muntu oku- 2
lirana nebenderaye ye, awali obubonero bwenyumba za bakitabwe: banasisiranga okwolekera ewema eyokusisinkanirangamu enjuwi zona. Era abo 3
abasisira ku luwi olwebuvanjuba okutunulira enjuba gyeva banabanga ba bendera ya lusisira lwa Yuda, ngegye lyabwe bweriri: era Nakasoni mutabani wa Aminadabu yanabanga omukulu wabana ba Yuda. Era egyerye nabo ababalibwa 4
kubo bāli obukumi musanvu mu lukaga. Nekika 5
kya Isakali be banasisiranga okumulirana: era Nesaneri mutabani wa Zuala yanabanga omukulu wabana ba Isakali: negyerye nabo ababalibwa 6
kulyo bāli obukumi butano mwenkumi nya mu bina: nekika kya Zebuluni: era Eriabu mutaba- 7
ni wa Keroni yanabanga omukulu wabana ba Zebuluni: negyerye nabo ababalibwa kulyo bāli 8
obukumi butano mu kasanvu mu bina. Bona 9

ababalibwa ku lusisira lwa Yuda bāli kasirivu mwobukumi munana mu lukaga mu bina, ngegye lyabwe bweryali. Be banasokanga okusitula.

10 Ku luwi olwobukika obwadyo we wanabanga ebendera eyolusisira lwa Leubeni ngegye lyabwe bweriri: era Erizula mutabani wa Sedeula yana-
11 banga omukulu wabana ba Leubeni. Negyerye nabo ababalibwa kulyo bāli obukumi buna mu ka-
12 kaga mu bitano. Nekika kya Simeoni be banasisiranga okumulirana: era Serumieri mutabani wa Zulisadai yanabanga omukulu wabana ba Simeoni:
13 negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi bu-
14 tano mu kenda mu bisatu: nekika kya Gada: era Eriasafu mutabani wa Leweri yanabanga omu-
15 kulu wabana ba Gada: negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi buna mwenkumi tano mu lu-
16 kaga mwatano. Bona ababalibwa ku lusisira lwa Leubeni bali kasirivu mwobukumi butano mu lukumi mu bina mwatano, ngegye lyabwe bweryali. Be banadiriranga (bali) okusitula.

17 Ewema eyokusisinkanirangamu neryoka etambulanga, wamu nolusisira Lwabalevi wakati mu nsisira: nga bwebasisira, bwebanasitulanga bwebatyo, buli muntu mu kifokye, awali ebendera zabwe.

18 Ku luwi olwebugwanjuba we wanabanga ebendera eyolusisira lwa Eferaimu ngegye lyabwe bweriri: era Erisama mutabani wa Amikuda ya-
19 nabanga omukulu wabana ba Eferaimu. Negyerye nabo ababalibwa kubo, bāli obukumi buna
20 mu bitano. Nekika kya Manase kye kinamudiriranga: era Gamalieri mutabani wa Pedazula yana-
21 banga omukulu wabana ba Manase: negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi busatu mwe-
22 nkumi biri mu bibiri: nekika kya Benyamini: era Abidani mutabani wa Gideoni yanabanga
23 omukulu wabana ba Benyamini: negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi busatu mwenku-
24 mi tano mu bina. Bona ababalibwa ku lusisira

lwa Eferaimu bāli kasirivu mu kanana mu kikumi, ngegye lyabwe bweryali. Be banadiriranga (bali) nate okusitula.

Ku luwi olwobukika obwa kono we wanabanga ebendera eyolusisira lwa Dani ngegye lyabwe bweriri: era Akiezera mutabani wa Amisadai yanabanga omukulu wabana ba Dani. Negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi mukaga mwenkumi biri mu lusanvu. Nekika kya Aseri be banasisiranga okumulirana: era Pagieri mutabani wa Okerani yanabanga omukulu wabana ba Aseri: negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi buna mu lukumi mu bitano: nekika kya Nafutali: era Akira mutabani wa Enani yanabanga omukulu wabana ba Nafutali: negyerye nabo ababalibwa kubo bāli obukumi butano mwenkumi satu mu bina. Bona ababalibwa ku lusisira lwa Dani bāli kasirivu mwobukumi butano mu kasanvu mu lukaga. Be banasembanga ngebendera bweziri. Abo be babalibwa ku bana ba Isiraeri ngenyumba za bakitabwe bwezali: bona ababalibwa ku nsisira ngegye lyabwe bweryali bāli obusirivu mukaga mwenkumi satu mu bitano mwatano. Naye Abalevi tebabalibwa mu bana ba Isiraeri; nga Mukama bweyalagira Musa. Abana ba Isiraeri bwebakola bwebatyo; nga byona bwebyali Mukama byeyalagira Musa, bwebasisiranga bwebatyo awali ebendera zabwe, era bwebatyo bwebasitulanga, buli muntu ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali.

25 26 27 28 29 30 31 32 33 34

3

Era kuno kwe kuzala kwa Aloni ne Musa ku lunaku Mukama lweyayogereramu ne Musa ku lusozi Sinai. Era gano ge manya gabana ba Aloni; Nadabu, omuberyeberye, ne Abiku, Ereazala, ne Isamala. Ago ge manya gabana ba

1 2 3

Aloni, bakabona abafukibwako amafuta, beyaya-
4 wula okuwererezanga mu bwakabona. Era Na-
dabu ne Abiku nebafira mu maso ga Mukama,
bwebawayo omuliro ogutali gugwe mu maso ga
Mukama, mu dungu lya Sinai, nebataba na bana:
awo Ereazala ne Isamala nebawererezanga mu
bwakabona mu maso ga Aloni kitabwe.
5, 6 Mukama nagamba Musa nti Sembeza ekika
kya Levi, obateke mu maso ga Aloni kabona, bamu-
7 werezenga. Era banakumanga ebyo ye byeya-
lagirwa, nebyo ekibina kyona byekyalagirwa, mu
maso gewema eyokusisinkanirangamu, okukolanga
8 okuwereza okwomunyumba. Era banakumanga
ebintu byona ebyomuwema eyokusisinkaniran-
gamu, nebyo abana ba Isiraeri byebalagirwa,
9 okukolanga okuwereza okwomunyumba. Era
onomuwa Aloni nabanabe Abalevi: baweredwa
10 dala ye kubwabana ba Isiraeri. Era onosawo
Aloni nabanabe, era banakumanga obwakabona
bwabwe: nomunagwanga anasemberanga ana'ti-
11 bwanga.
12 Awo Mukama nagamba Musa nti Nange, laba,
nze nziye Abalevi mu bana ba Isiraeri mu kifo
kyababeryeberye abagulanda mu bana ba Isiraeri;
13 Nabalevi baliba bange: kubanga ababeryeberye
bona bange; ku lunaku lwena'tiramu ababeryе-
beryе bona munsi Yemisiri netukuliza ababeryе-
beryе bona mu Isiraeri, abantu era nensolo: baliba
14 bange; nze ndi Mukama. Awo Mukama naga-
15 mbira Musa mu dungu lya Sinai nti Bala abana
ba Levi ngenyumba za bakitabwe bweziri, nge-
ng'anda zabwe bweziri: buli musaja eyakamaze
16 omwezi ogumu nokukirawo onobabala. Musa
nababala ngekigambo kya Mukama bwekyali,
17 nga bweyalagirwa. Era bano be bana ba Levi
ngamanya gabwe bwegali; Geresoni ne Kokasi ne
18 Merali. Era gano ge manya gabana ba Geresoni
19 ngeng'anda zabwe bwezali; Libini ne Simei. Na-

bana ba Kokasi ngeng'anda zabwe bwezali; Amalamu ne Izala, Keberoni ne Uzieri. Nabana ba Merali 20
ngeng'anda zabwe bwezali; Māli ne Musi. Ezo ze
ng'anda Zabalevi ngenyumba za bakitabwe bwezali.
Mu Geresoni mwe mwava oluganda Lwabalibini, 21
noluganda Lwabasimei: ezo ze ng'anda Zabageresoni. Abo ababalibwa kubo ngomuwendo gwa- 22
basaja bona bwegwali, abakamaze omwezi ogumu
nokukirawo, abo ababalibwa kubo bāli kasanvu
mu bitano. Eng'anda Zabageresoni banasisiranga 23
nyuma wenyumba ku luwi olwebugwanjuba. No- 24
mukulu wenyumba ya bakitabwe Eyabageresoni
anaba Eriasafu mutabani wa Laeri. Era abana 25
ba Geresoni kyebalagirwa mu wema eyokusisinkanirangamu kinaba enyumba Newema, ekigibikako,
negigi eryomulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, nezitimbibwa ezolugya, negigi eryomu- 26
mulyango gwolugya oluli ku nyumba era olwetolola ekyoto, nemigwa gyalwo olwokuwereza
kwalwo kwona.
Ne mu Kokasi mwe mwava oluganda Lwabama- 27
lamu, noluganda Lwabaizala, noluganda Lwabakeberoni noluganda Lwabauzieri: ezo ze ng'anda
Zabakokasi. Ngomuwendo gwabasaja bona 28
bwegwali abakamaze omwezi ogumu nokukirawo
bāli kanana mu lukaga abakumanga awatukuvu webalagirwa. Eng'anda zabana ba Ko- 29
kasi banasisiranga ku luwi olwewema olwobukika obwadyo. Era omukulu wenyumba ya ba- 30
kitabwe Eyabakokasi anaba Erizafani mutabani
wa Uzieri. Era kyebalagirwa kinaba sanduke, 31
nemeza, nekikondo, nebyoto, nebintu ebyomuwatukuvu byebawerezesa, negigi nokuwereza kwalyo
kwona. Ne Ereazala mutabani wa Aloni kabona 32
yanaba omukulu wabakulu Babalevi, nga balabirira abo abakuma awatukuvu webalagirwa.
Mu Merali mwe mwava oluganda Lwabamāli, 33
noluganda Lwabamusi: ezo ze ng'anda za Merali.

34 Era abo ababalibwa kubo, ngomuwendo gwaba-
saja bona bwegwali, abakamaze omwezi ogumu
35 nokukirawo, bāli kakaga mu bibiri. Era omukulu
wenyumba ya bakitabwe eyeng'anda za Merali
yali Zulieri mutabani wa Abikairi : abo banasi-
siranga ku luwi lwenyumba olwobukika obwa
36 kono. Nomulimu ogulagirwa ogwabana ba Merali
gunaba embawo ezenyumba, nemisituliro gyayo,
nempagi zayo, nebinya byayo, nebintu byayo
37 byona, nokuwereza kwayo kwona ; nempagi ezo-
lugya olwetolola, nebinya byazo, neninga zazo,
38 nemigwa gyazo. Nabo abanasisiranga mu maso
genyumba ku luwi olwebuvanjuba, mu maso ge-
wema eyokusisinkanirangamu okwolekera enjuba
ngevayo, banabanga Musa, ne Aloni ne batabanibe,
nga bakuma awatukuvu webalagirwa, olwokula-
girwa kwabana ba Isiraeri ; nomunagwanga ana-
39 semberanga ana'tibwanga. Bona ababalibwa ku
Balevi, Musa ne Aloni bebabala olwekiragiro kya
Mukama ngeng'anda zabwe bwezali, abasaja bona
abakamaze omwezi ogumu nokukirawo, bāli obu-
kumi bubiri mwenkumi biri.

40 Mukama nagamba Musa nti Bala abasaja ababe-
ryeberye bona ku bana ba Isiraeri abakamaze
omwezi ogumu nokukirawo, otwale omuwendo
41 gwamanya gabwe. Era olintwalira nze Abalevi
[nze Mukama] mu kifo kyababeryeberye bona
ku bana ba Isiraeri ; nebisibo Byabalevi mu kifo
kyemberyeberye zona ku bisibo byabana ba Isiraeri.
42 Awo Musa nabala, nga Mukama bweyamulagira,
43 ababeryeberye bona ku bana ba Isiraeri. Naba-
saja bona ababeryeberye, ngomuwendo gwamanya
bwegwali, abakamaze omwezi ogumu nokukirawo,
abo ababalibwa kubo, bāli obukumi bubiri mwe-
nkumi biri mu bibiri mu nsanvu mu basatu.

44, 45 Mukama nagamba Musa nti Twala Abalevi
mu kifo kyababeryeberye bona ku bana ba Isi-
raeri nebisibo Byabalevi mu kifo kyebisibo bya-

bwe: era Abalevi banabanga bange; nze Mukama.
Nolwokununula ababeryeberye babana ba Isiraeri 46
bibiri mu nsanvu mu basatu, abafikawo ku (mu-
wendo) Gwabalevi, olisoloza sekeri tano buli 47
muntu ngemitwe bwegiri; olizitwala nga sekeri
eyomuwatukuvu bweri [sekeri ze gera abiri]: era 48
olimuwa efeza enunula omuwendo gwabwe ogufi-
kawo Aloni ne batabanibe. Musa nabasolozako 49
efeza enunula abo abafikawo kwabo abanununlibwa
Nabalevi: ababeryeberye babana ba Isiraeri beya- 50
salozako efeza; (sekeri) lukumi mu bisatu mu
nkaga mu satu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri:
awo Musa nawa Aloni ne batabanibe efeza enunula, 51
ngekigambo kya Mukama bwekyali nga Mukama
bweyalagira Musa.

4

Mukama nagamba Musa ne Aloni nti Mu- 1, 2
bale omuwendo gwabana ba Kokasi ku bana ba
Levi, ngeng'anda zabwe bweziri, ngenyumba za
bakitabwe bweziri, abakamaze emyaka asatu noku- 3
kirawo okutusa ku myaka atano, bona abaingira
mu kuwereza okwo, okukolanga omulimu mu
wema eyokusisinkanirangamu. Guno gwe mu- 4
limu gwabana ba Kokasi mu wema eyokusisinka-
nirangamu, ogwebintu ebitukuvu enyo: olusisira 5
bwerunasitulanga, Aloni anaingiranga nabanabe
nebatimbulula egigi eritimbibwa, nebalibika ku
sanduke eyobujulizi: nebateka okwo amaliba 6
geng'onge okubikako, nebalirira okwo olugoye
olwa kaniki lwona, nebaingiza emisituliro gyayo.
Ne ku meza eyemigati egyokulaga banayaliranga- 7
ko olugoye olwa kaniki nebateka okwo sawani,
nebijiko, nebibya, nendeku ezokufukanga nazo:
nemigati egitavangawo ginabanga okwo: era ba- 8
nayaliranga kubyo olugoye olumyufu, nebalusabi-

kako olwo namaliba geng'onge agasabika, nebai-
9 ngiza emisituliro gyayo. Nebadira olugoye olwa
kaniki, nebasabika ku kikondo kyetabaza, nebye-
tabaza byakyo, ne namagalo wakyo, nesawani za-
kyo ezebisiriza, nebintu byakyo byona ebyama-
10 futa, byebakiwerezesa: nebakisiba kyo nebintu
byakyo byona mu maliba geng'onge agasabika,
11 nebakiteka ku muti. Ne ku kyoto ekya zabu
banayalirangako olugoye olwa kaniki, nebalusa-
bikako amaliba geng'onge agasabika, nebaingiza
12 emisituliro gyakyo: nebadira ebintu byona ebyo-
kuwereza, byebawerezesa mu watukuvu, neba-
bisiba mu lugoye olwa kaniki, nebabisabikako
amaliba geng'onge agasabika, nebabiteka ku
13 muti. Nebagya evu mu kyoto, nebakyalirako
14 olugoye olwefulungu: nebakitekako ebintu byakyo
byona, byebawerezesa emirimu gyakyo, emumbiro,
nebyokukwasa enyama, nebijiko, nebibya, ebintu
byona ebyekyoto; nebakyalirako amaliba ge-
ng'onge agasabika, nebaingiza emisituliro gyakyo.
15 Awo Aloni ne batabanibe bwebanamaliranga dala
okusabika ku watukuvu, nebintu byona ebyomu-
watukuvu, olusisira nga lunatera okusitula; olu-
vanyuma batabani ba Kokasi nebalyoka baja oku-
bisitula: naye tebakomanga ku watukuvu, baleme
okufa. Ebyo gwe mugugu gwa batabani ba Ko-
16 kasi mu wema eyokusisinkaniranganu. Ne Ere-
azala mutabani wa Aloni kabona byanateresebwa
binabanga mafuta ga tabaza nobubane obwakalosa,
nekiwebwayo ekyobu'ta ekitavawo, namafuta ago-
kufukako, anateresebwanga ewema yona, nebigi-
rimu byona, awatukuvu nebintu byawo.
17, 18 Mukama nagamba Musa ne Aloni nti Ekika
ekyenyumba Zabakokasi temukisalako okukigya
19 mu Balevi: naye mubakole bwemutyo, babe aba-
lamu, baleme okufa, bwebasemberera ebintu ebi-
tukuvu enyo: Aloni ne batabanibe banaingiranga,
nebabalagira buli muntu okuwerezakwe nomugu-

gugwe: naye tebaingiranga na kamu koka kula- 20
ba watukuvu, baleme okufa.

Mukama nagamba Musa nti Bala omuwe- 21, 22
ndo gwabana ba Geresoni nabo, ngenyumba za
bakitabwe bweziri, ngeng'anda zabwe bweziri;
abakamaze emyaka asatu nokukirawo okutusa ku 23
myaka atano boba obala; bona abaingira okulwa-
na olutalo olwo, okukola omulimu mu wema eyo-
kusisinkanirangamu. Kuno kwe kuwereza kwe- 24
ng'anda Ezabageresoni, mu kuwereza ne mu
kusitula emigugu: banasitulanga amagigi agenyu- 25
mba, newema eyokusisinkanirangamu, ebisabika
kuyo, namaliba geng'onge agagisabikako wagu-
lu, negigi eryolu'gi lwewema eyokusisinkanira- 26
ngamu; nezitimbibwa ezolugya, negigi eryolugi
lwa wankaki wolugya, oluli ku wema ne ku
kyoto enjuwi zona, nemigwa gyabyo, nebintu byo-
na ebyokuwereza kwabyo, nemirimu gyona gye-
binakolanga, ebyo byebanawerezanga. Aloni 27
ne batabanibe be banalagiranga okuwereza kwo-
na okwa batabani ba Geresoni, mu kusitula
kwabwe kwona ne mu kuwereza kwabwe kwona:
era mwe munabagabiranga okusitula kwabwe
kwona okubakukwasa. Okwo kwe kuwereza 28
kweng'anda za batabani ba Geresoni mu wema
eyokusisinkanirangamu: nokulagirwa kwabwe
kunabanga wansi womukono gwa Isamala muta-
bani wa Aloni kabona.

Batabani ba Merali, onobabala ngeng'anda za- 29
bwe bweziri, ngenyumba za bakitabwe bweziri;
abakamaze emyaka asatu nokukirawo okutusa 30
emyaka atano boba obala, buli aingira mu kuwe-
reza, okukolanga omulimu ogwewema eyokusisi-
nkanirangamu. Era kino kye kiragiro ekyoku- 31
situla kwabwe, ngokuwereza kwabwe kwona bwe-
kuli mu wema eyokusisinkanirangamu; embawo
ezenyumba, nemisituliro gyayo, nempagi zayo,
nebinya byayo; nempagi ezolugya olwetolola, 32

nebinya byazo, neninga zazo, nemigwa gyazo, wamu nebintu byazo byona, nokuwereza kwazo kwona: era munabagabiranga ngamanya gabwe bwegali ebintu byebanalagirwanga byebanasitula-
33 nga. Okwo kwe kuwereza kweng'anda za batabani ba Merali, ngokuwereza kwabwe kwona bwekuli, mu wema eyokusinkanirangamu, wansi womukono gwa Isamala mutabani wa Aloni kabona.
34 Awo Musa ne Aloni nabakulu bekibina nebabala batabani Babakokasi, ngeng'anda zabwe bwezali, era ngenyumba za bakitabwe bwezali,
35 abāli bakamaze emyaka asatu nokukirawo okutusa emyaka atano, buli eyaingira mu kuwereza, okukolanga omulimu mu wema eyokusisinkani-
36 rangamu: era abo abābalibwa kubo ngeng'anda zabwe bwezali bāli enkumi biri mu lusanvu
37 mwatano. Abo be bābalibwa ku ng'anda Ezabakokasi, bona abāwerezanga mu wema eyokusisinkanirangamu, Musa ne Aloni bebābala ngekiragiro kya Mukama bwekyali mu mukono gwa Musa.
38 Nābo abābalibwa ku batabani ba Geresoni, ngeng'anda zabwe bwezali, era ngenyumba za bakita-
39 bwe bwezali, abāli bakamaze emyaka asatu nokukirawo okutusa emyaka atano, buli eyaingira mu kuwereza, okukolanga omulimu mu wema eyoku-
40 sisinkanirangamu, abo abābalibwa kubo, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za bakitabwe bwezali, bāli enkumi biri mu lusanvu mwasatu.
41 Abo be bābalibwa ku ng'anda za batabani ba Geresoni, bona abawerezanga mu wema eyokusisinkanirangamu, Musa ne Aloni bebābala ngekiragiro kya Mukama bwekyali.
42 Nābo abābalibwa ku ng'anda za batabani ba Merali, ngeng'anda zabwe bwezali, ngenyumba za
43 bakitabwe bwezali, abakamaze emyaka asatu nokukirawo okutusa emyaka atano, buli eyaingira

mu kuwereza, okukolanga omulimu mu wema
eyokusisinkanirangamu, abo abābalibwa kubo nge- 44
ng'anda zabwe bwezali, bāli enkumi biri mu bibi-
ri. Abo be bābalibwa ku nganda za batabani ba 45
Merali Musa ne Aloni bebābala ngekiragiro kya
Mukama bwekyali mu mukono gwa Musa.

Abo bona abābalibwa ku Balevi, Musa ne Alo- 46
ni nabakulu ba Isiraeri bebābala, ngeng'anda za-
bwe bwezali, era ngenyumba za bakitabwe bwe-
zali, abāli bakamaze emyaka asatu nokukirawo 47
okutusa emyaka atano, buli eyaingira okukolanga
omulimu ogwokuwereza, nomulimu ogwokusitula
emigugu mu wema eyokusisinkanirangamu, abo 48
abābalibwa kubo bāli kanana mu bitano mu ki-
nana. Ngekiragiro kya Mukama bwekyali, bāba- 49
libwa nomukono gwa Musa, buli muntu ngoku-
werezakwe bwekwali, era ngokusitulakwe bwe-
kwali: bwatyo bweyabābala, nga Mukama bwe-
yalagira Musa.

5

Mukama nagamba Musa nti Balagire abana ba 1, 2
Isiraeri, bagye mu lusisira buli mugenge, na buli
muziku, na buli atali mulongofu olwomufu: aba- 3
saja era nabakazi munabagyamu, munabafulumya
ebweru wolusisira; baleme okwonona olusisira
lwabwe, lwentulamu wakati. Abana ba Isiraeri 4
nebakola bwebatyo, nebabafulumya ebweru wolu-
sisira: nga Mukama bweyagamba Musa, abana ba
Isiraeri bwebakola bwebatyo. Mukama nagamba 5
Musa nti Bagambe abana ba Isiraeri nti Omusaja 6
oba mukazi bwanakolanga ekibi kyona abantu
kyebakola, okusobya Mukama, omuntu oyo naba-
ko omusango; awo banayatulanga ekibi kyeba- 7
koze: era analiranga dala byona olwomusango-
gwe, nasako nekitundu kyabyo ekyokutano, nabi-

8 muwa oyo gwa'zi'zako omusango. Naye omuntu
oyo bwabanga talina mugandawe gwebainza oku-
liira olwomusango, ebyo byebaliwa olwomusango
byebaliira Mukama binabanga bya kabona; era
nendiga enume eyokutangirira, gyebanamutangiri-
9 zanga. Na buli ekiwebwayo ekisitulibwa ku bi-
ntu byona ebitukuvu ebyabana ba Isiraeri, byeba-
10 letera kabona, kinabanga kikye. Nebintu ebya
buli muntu ebitukuzibwa, binabanga bibye: eki-
ntu kyona omuntu yena kyanawanga kabona, ki-
nabanga kikye.
11, 12 Mukama nayogera ne Musa nti Yogera naba-
na ba Isiraeri, obagambe nti Omukazi womuntu ye-
13 na bwanakyamanga, namusobyako, omusaja nasula
naye, nekikwekebwa amaso ga bawe, nekikisibwa,
ye nayononeka, newataba mujulirwa amulumiriza,
14 songa tebamusisinkaniri'za; omwoyo ogwobugya
negumujira, nakwatirwa mukaziwe obugya, naye
ngayononese: oba omwoyo ogwobugya bwegana-
mujiranga, nakwatirwa mukaziwe obugya, so naye
15 nga tayononese: awo omusaja analetanga mukazi-
we eri kabona, namuletera ekitonekye, ekitundu
ekyekumi ekya efa ekyobu'ta obwa sairi; tafuka-
ngako mafuta gona, so tatekangako mugavu; ku-
banga kye kiwebwayo ekyobu'ta olwobugya, eki-
webwayo ekyobuta ekyokujukiza, ekijukiza obu-
16 tali butukirivu. Awo kabona anamusembezanga,
17 namuteka mu maso ga Mukama: kabona nadira
ama'zi amatukuvu mu kintu ekyebumba; ne ku
nfufu eri wansi mu wema kabona anatolangako,
18 nagiteka mu ma'zi: kabona nateka omukazi mu
maso ga Mukama nabikula ku nviri ezokumutwe
gwomukazi, namukwasa mu ngalo ekiwebwayo
ekyobu'ta ekyokujukiza, kye kiwebwayo ekyobu-
ta ekyobugya: era kabona anakwatanga mu mu-
19 konogwe ama'zi agakawa agaleta ekikolimo: awo
kabona anamulaizanga, nagamba omukazi nti Oba-
nga tewali musaja eyasula nawe, so tokyamanga

eri obutali bulongofu, ngofugibwa balo, ama'zi ga-
no agakawa agaleta ekikolimo tegakuberako : na- 20
ye obanga wakyama, ngofugibwa balo, era ngoyo-
nonese, era omusaja omulala obanga yasula nawe
atali balo : awo kabona analaizanga omukazi eki- 21
rairo ekyokukolima, kabona nagamba omukazi
nti Mukama akufule ekikolimo nekirairo mu ba-
ntubo, Mukama bwakozimbyanga ekisambikyo,
na'umbiza olubutolwo ; nama'zi gano agaleta eki- 22
kolimo ganagenda mu byendabyo, negatumbiza
olubutolwo, negakozimbya ekisambikyo : omuka-
zi nayogera nti Amina, Amina. Awo kabona ana- 23
wandikanga ebikolimo ebyo mu kitabo, nabyozako
nama'zi agakawa : nanywesa omukazi ama'zi aga- 24
kawa agaleta ekikolimo : ama'zi agaleta ekikoli-
mo negaingira muye negakawa. Awo kabona 25
anagyanga ekiwebwayo ekyobu'ta ekyobugya mu
mukono gwomukazi, nawuba ekiwebwayo ekyo-
bu'ta mu maso ga Mukama, nakireta eri ekyoto :
kabona nadira olubatu olwobu'ta obuwebwayo, 26
okuba ekijukizo kyabwo, nabwokera ku kyoto,
oluvanyuma nanywesa omukazi ama'zi ago. Awo 27
bwanamalanga okumunywesa ama'zi, awo olu-
natukanga, bwanabanga ayononese, era ngaso-
be'za ku bawe, ama'zi agaleta ekikolimo ganaingi-
ranga muye negakawa, nolubutolwe nerutumbira,
nekisambikye nekikozimba : nomukazi aliba kiko-
limo mu bantube. Era omukazi bwanabanga ta- 28
yononese, naye nga mulongofu ; awo tabengako
kigambo, nokuba naba lubuto. Eryo lye teka 29
eryobugya, omukazi ngafugibwa bawe bwanakya-
manga nayononeka : oba omwoyo ogwobugya 30
bwegunajiranga omusaja, nakwatirwa mukaziwe
obugya ; awo anatekanga omukazi mu maso ga
Mukama, ne kabona anamukoleranga eteka eryo
lyona. Omusaja natabako butali butukirivu, no- 31
mukazi oyo anabangako obutali butukirivubwe.

6

1, 2 Mukama nayogera ne Musa nti Yogera nabana ba Isiraeri, obagambe nti Omusaja oba mukazi bwaneyamanga obweyamo kububwe yeka, obweyamo obwomuwonge, okwewonga eri Mukama:
3 aneyawulanga nomwenge nekitamiza; tanywanga ku mwenge omukātūfu, newakubade ekitamiza ekikātūfu, so tanywanga ku ma'zi gezabibu, so ta-
4 lyanga zabibu mbisi newakubade enkalu. Enaku zona ezokwewongakwe talyanga kintu ekiva ku muzabibu, newakubade ensigo newakubade ebiku-
5 ta. Enaku zona ezobweyamobwe obwokwewonga akamwano tekaitanga ku mutwegwe: okutusa enaku lweziritukirira, zeyewongeramu eri Mukama, anabanga mutukuvu, analekanga emivumbo
6 gyenviri ezokumutwegwe okukula. Enaku zona zeyewongeramu eri Mukama, tasembereranga mu-
7 lambo. Teyefulanga atali mulongofu lwa kitawe, newakubade lwa nyina, newakubade lwa muganda we, newakubade lwa mwanyina, bwebanafanga: kubanga okwewongakwe eri Katonda kuli ku mu-
8 twegwe. Enaku zona ezokwewongakwe aba mu-
9 tukuvu eri Mukama. Era omuntu yena bwanafanga amangu enyo ngamuliranye naye nayonona omutwe ogwokwewongakwe; awo anamwanga omutwegwe ku lunaku olwokulongosebwakwe, ku
10 lunaku olwomusanvu kwanagumweranga. Ne ku lunaku olwomunana analetanga bukamukukulu bubiri, oba amaiba amato abiri, eri kabona, ku
11 mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu: awo kabona anawangayo akamu okuba ekiwebwayo olwekibi, nakokubiri okuba ekiwebwayo ekyokebwa, namutangirira, kubanga yayonona olwabafu,
12 natukuza omutwegwe ku lunaku olwo. Era anawonganga eri Mukama enaku ezokwewongakwe, naleta omwana wendiga omulume atanamala

mwaka gumu okuba ekiwebwayo olwomusango : naye enaku ezisose zinabanga zifude, kubanga okwewongakwe kwayononeka.

Era lino lye teka eryomuwonge, enaku ezokwe- 13
wongakwe bwezinatukiriranga : analetebwanga ku
mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu : na- 14
wayo ekitonekye eri Mukama, omwana wendiga
omulume omu atanamala mwaka gumu ataliko bu-
lema okuba ekiwebwayo ekyokebwa, nomwana we-
ndiga omulusi omu atanamala mwaka gumu ata-
liko bulema okuba ekiwebwayo olwekibi, nendiga
enume emu eteriko bulema okuba ebiwebwayo
olwemirembe, nekibo ekyemigati egitazimbuluku- 15
swa, ebitole ebyobu'ta obulungi obutabudwamu
amafuta, nemigati egyempewere egitazimbuluku-
swa egisigibwako amafuta, nobu'ta bwako obu-
webwayo, nebyokunywa byako ebiwebwayo. Awo 16
kabona anabyanjulanga mu maso ga Mukama, na-
wayo kyawayo olwekibi, nekyo kyawayo ekyoke-
bwa : nawayo endiga enume okuba sadaka eyebiwe- 17
bwayo olwemirembe eri Mukama, awamu nekibo
ekyemigati egitazimbulukuswa : era kabona anawa-
ngayo nobu'ta obuwebwayo bwako, nebyokunywa
byako ebiwebwayo. Era omuwonge anamweranga 18
omutwe ogwokwewongakwe ku mulyango gwewe-
ma eyokusisinkanirangamu, nadira enviri ezoku-
mutwe ogwokwewongakwe, naziteka mu muliro
oguli wansi wa sadaka eyebiwebwayo olwemire-
mbe. Awo kabona anatwalanga omukono omufu- 19
mbe ogwendiga enume, nekitole kimu ekitazimbulu-
kuswa ngakigya mu kibo, nomugati ogwempewere
gumu ogutazimbulukuswa, nabiteka mu ngalo zo-
muwonge, ngamaze okumwa (omutwe) ogwokwe-
wongakwe : awo kabona anabiwubawubanga oku- 20
ba ekiwebwayo ekiwubibwawubibwa mu maso ga
Mukama ; ebyo byayawulirwa kabona, awamu
nekifuba ekiwubibwawubibwa nekisambi ekisitu-
libwa : oluvanyuma omuwonge nalyoka ainza

21 okunywa omwenge. Eryo lye teka eryomuwonge eyeyama obweyamo, nekitonekye kyawa Mukama olwokwewongakwe, obutasako ebyo byainza okufuna: ngobweyamobwe bwaneyamanga bwebunabanga, bwekityo bwekimugwanira okukola ngeteka eryokwewongakwe bweriri.

22, 23 Mukama nayogera ne Musa nti Yogera ne Aloni ne batabanibe nti Bwemutyo bwemunasabiranga omukisa abana ba Isiraeri; munabagambanga nti

24 Mukama akuwe omukisa, akukume:

25 Mukama akwakize amasoga, akukwatirwe ekisa:

26 Mukama akuimusize obwenyibwe, akuwe emirembe.

27 Bwebatyo bwebanatekanga erinya lyange ku bana ba Isiraeri; nange nabawanga omukisa.

7

1 Awo olwatuka ku lunaku Musa lwayamalirako okusimba enyumba, era ngamaze okugifukako amafuta nokugitukuza, nebintu byayo byona, nekyoto nebintu byakyo byona, era ngamaze okubifukako
2 amafuta nokubitukuza; awo abakulu ba Isiraeri, emitwe gyenyumba za bakitabwe, nebawayo; abo be bāli abakulu bebika, abo be bāfuganga abo
3 abābalibwa: nebaleta ekitone kyabwe mu maso ga Mukama, amagali amabikeko mukaga, nente kumi na biri; egali erimu lya bakulu kina babirye era kinomu ente: nebabyanjula mu maso
4, 5 genyumba. Mukama nagamba Musa nti Kitole gyebali, bibere bya kukola omulimu ogwokuwereza ogwomuwema eyokusisinkanirangamu; era onobiwa Abalevi, buli muntu ngokuwerezakwe
6 bwekuli. Musa natola amagali nente, nabiwa
7 Abalevi. Amagali abiri nente nya byeyawa batabani ba Geresoni, ngokuwereza kwabwe bwekwali:

namagali ana nente munana byeyawa batabani 8
ba Merali, ngokuwereza kwabwe bwekwali, wansi
womukono gwa Isamala mutabani wa Aloni ka-
bona. Naye batabani ba Kokasi teyabawako: 9
kubanga okuwereza okwomuwatukuvu kwali
kwabwe; bakusituliranga ku bibegabega byabwe.
Awo abakulu nebawayo olwokuwonga ekyoto ku 10
lunaku lwekyafukirwako amafuta, abakulu neba-
wayo ekirabo kyabwe mu maso gekyoto. Muka- 11
ma nagamba Musa nti Banawangayo ekitone kya-
bwe, buli mukulu ku lunakulwe, olwokuwonga
ekyoto.

Noyo eyawayo ekitonekye ku lunaku olwolu- 12
beryeberye yali Nakasoni mutabani wa Aminada-
bu owomukika kya Yuda: nekitonekye kyali 13
sawani emu ya feza, obuzito bwayo (sekeri) kiku-
mi mwasatu, ekibya kimu ekya feza ekya sekeri
nsanvu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri; byo-
mbi nga bijude obu'ta obulungi obutabudwamu
amafuta okuba ekiwebwayo ekyobu'ta; ekijiko 14
kimu ekya zabu ekya (sekeri) kumi, ekijude
obubane; ente enume envubuka emu, endiga 15
enume emu, omwana wendiga omulume omu ata-
namala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyoke-
bwa; embuzi enume emu okuba ekiwebwayo 16
olwekibi; era okuba sadaka eyebiwebwayo olwe- 17
mirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi
enume tano, abana bendiga abalume batano aba-
tanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone
kya Nakasoni mutabani wa Aminadabu.

Ku lunaku olwokubiri Nesaneri mutabani wa 18
Zuala, omukulu wa Isakali, nawayo: yawayo 19
okuba ekitonekye sawani emu eya feza, obuzito
bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu
ekya feza ekya sekeri ensanvu, nga sekeri eyomu-
watukuvu bweri; byombi nga bijude obu'ta obu-
lungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
ekyobu'ta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri) 20

21 kumi, ekijude obubane; ente enume envubuka
emu, endiga enume emu, omwana wendiga omulu-
me omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwe-
22 bwayo ekyokebwa; embuzi enume emu okuba
23 ekiwebwayo olwekibi; era okuba sadaka eyebiwe-
bwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume
tano, embuzi enume tano, abana bendiga batano
abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali eki-
tone kya Nesaneri mutabani wa Zuala.

24 Ku lunaku olwokusatu Eriabu mutabani wa
Keroni, omukulu wabana ba Zebuluni (nawayo):
25 ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito
bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu
ekya feza ekya sekeri ensanvu, nga sekeri eyomu-
watukuvu bweri; byombi nga bijude obu'ta obu-
lungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
26 ekyobu'ta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri)
27 kumi, ekijude obubane; ente envubuka emu,
endiga enume emu, embuzi enume emu, omwana
wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu,
28 okuba ekiwebwayo ekyokebwa; embuzi enume
29 emu okuba ekiwebwayo olwekibi; era okuba
sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri,
endiga enume tano, embuzi enume tano, abana
bendiga abalume batano abatanamala mwaka
gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Eriabu muta-
bani wa Keroni.

30 Ku lunaku olwokuna Erizula mutabani wa
Sedeula, omukulu wabana ba Leubeni, (nawayo):
31 ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito
bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu
ekya feza ekya sekeri ensanvu, nga sekeri eyomu-
watukuvu bweri; byombi nga bijude obu'ta obu-
lungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
32 ekyobu'ta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri)
33 kumi, ekijude obubane; ente envubuka emu,
endiga enume emu, omwana wendiga omulume
omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo

ekyokebwa; embuzi enume emu okuba ekiwe- 34
bwayo olwekibi; era okuba sadaka eyebiwebwayo 35
olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Erizula mutabani wa Sedeula.

Ku lunaku olwokutano Serumieri mutabani 36
wa Zulisadai, omukulu wabana ba Simeoni 37
(nawayo): ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu ekya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri; byombi nga bijude obuta obulungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri) kumi, eki- 38
jude obubane; ente envubuka emu, endiga enume 39
emu, omwana wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyokebwa; 40
embuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; 41
nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Serumieri mutabani wa Zulisadai.

Ku lunaku olwomukaga Eriasafu mutabani wa 42
Deweri, omukulu wabana ba Gada (nawayo): eki- 43
tonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu ebya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri; byombi nga bijude obuta obulungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya sekeri kumi, 44
ekijude obubane; ente envubuka emu, endiga 45
enume emu, omwana wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyokebwa; embuzi enume emu okuba ekiwebwayo 46
olwekibi; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemi- 47
rembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enu-

me tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Eriasafu mutabani wa Deweri.

48 Ku lunaku olwomusanvu Erisama mutabani wa Amikuda omukulu wabana ba Eferaimu, (na-
49 wayo); ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu ekya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri; byombi nga bijude obuta obulungi obutabadwamu amafuta okuba ekiwebwayo
50 ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri)
51 kumi ekijude obubane; ente envubuka emu, endiga enume emu, omwana wendiga omulume omu atamamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyo-
52 kebwa; embuzi enume emu okuba ekiwebwayo
53 olwekibi; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Erisama mutabani wa Amikuda.

54 Ku lunaku olwomunana Gamalieri mutabani wa Pedazula, omukulu wabana ba Manase (nawa-
55 yo): ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu ekya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri; byombi nga bijude obuta obulungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
56 ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri)
57 kumi, ekijude obubane; ente envubuka emu, endiga enume emu, omwana wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo
58 ekyokebwa; embuzi enume emu okuba ekiwe-
59 bwayo olwekibi; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali ekitone kya Gamalieri, mutabani wa Pedazula.

60 Ku lunaku olwomwenda Abidani mutabani wa

Gideoni, omukulu wabana ba Benyamini, (nawa-
yo): ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obu- 61
zito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu
ekya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomu-
watukuvu bweri; byombi nga bijude obuta obu-
lungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri) 62
kumi, ekijude obubane; ente envubuka emu, endi- 63
ga enume emu, omwana wendiga omulume omu
atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyo-
kebwa; embuzi enume emu okuba ekiwebwayo 64
olwekibi; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemi- 65
rembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enu-
me tano, abana bendiga abalume batano abatana-
mala mwaka gumu; ekyo kye kyali ekitone kya
Abidani mutabani wa Gideoni.

Ku lunaku olwekumi Akiezera mutabani wa 66
Amisadai, omukulu wabana ba Dani (nawayo):
ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito 67
bwayo (sekeri) kikumi nwasatu, ekibya kimu ekya
feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomuwatu-
kuvu bweri; byombi nga bijude obuta obulungi
obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
ekyobuta; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri) 68
kumi, ekijude obubane; ente envubuka emu, 69
endiga enume emu, omwana wendiga omulume
omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo
ekyokebwa; embuzi enume emu okuba ekiwe- 70
bwayo olwekibi; nokuba sadaka eyebiwebwayo 71
olwemirembe, ente biri, endiga enume tano,
embuzi enume tano, abana bendiga abalume ba-
tano abatanamala mwaka gumu: ekyo kye kyali
ekitone kya Akiezera mutabani wa Amisadai.

Ku lunaku olwekumi nolumu Pagieri mutaba- 72
ni wa Okerani, omukulu wabana ba Aseri (nawa-
yo); ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obu- 73
zito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu
ekya feza ekya sekeri nsanvu, nga sekeri eyomu-

watukuvu bweri ; byombi nga bijude obuta obulungi obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo
74 ekyobuta ; ekijiko kimu ekya zabu ekya (sekeri)
75 kumi, ekijude obubane ; ente envubuka emu, endiga enume emu, omwana wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwebwayo ekyo-
76 kebwa ; embuzi enume emu okuba ekiwebwayo
77 olwekibi ; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu : ekyo kye kyali ekitone kya Pagieri mutabani wa Okerani.

78 Ku lunaku olwekumi nebiri Akira mutabani wa Enani, omukulu wabana ba Nafutali (nawa-
79 yo) : ekitonekye kyali sawani emu eya feza, obuzito bwayo (sekeri) kikumi mwasatu, ekibya kimu ekya feza ekya sekeri nsanvu nga sekeri eyomuwatukuvu bweri ; byombi nga bijude obuta obulungi obutabudwamu amafuta, okuba ekiwe-
80 bwayo ekyobuta ; ekijiko kimu ekya zabu ekya
81 (sekeri) kumi ekijude obubane ; ente envubuka emu, endiga enume emu, omwana wendiga omulume omu atanamala mwaka gumu, okuba ekiwe-
82 bwayo ekyokebwa ; embuzi enume emu okuba
83 ekiwebwayo olwekibi ; nokuba sadaka eyebiwebwayo olwemirembe, ente biri, endiga enume tano, embuzi enume tano, abana bendiga abalume batano abatanamala mwaka gumu : ekyo kye kyali ekitone kya Akira mutabani wa Enani.

84 Kuno kwe kwali okuwonga ekyoto, ku lunaku kwekyafukirwako amafuta, mu mikono gyabakulu ba Isiraeri : sawani-kumi na biri eza feza, ebibya kumi na bibiri ebya feza, ebijiko kumi na
85 bibiri ebya zabu : buli sawani eya feza (sekeri) kikumi mwasatu, na buli kibya (sekeri) nsanvu : efeza yona eyebintu (sekeri) enkumi biri mu bina,
86 nga sekeri eyomuwatukuvu bweri ; ebijiko ebya zabu kumi na bibiri, ebijude obubane, buli kijiko

(sekeri) kumi, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri:
zabu yona eyomubijiko (sekeri) kikumi mwabiri:
ente zona okuba ekiwebwayo ekyokebwa kumi na 87
biri, endiga enume kumi na biri, abana bendiga
abalume abatanamala mwaka gumu kumi na ba-
biri, nobu'ta bwako obuwebwayo: nembuzi enu-
me okuba ekiwebwayo olwekibi kumi na biri:
nente zona okuba sadaka eyebiwebwayo olwemi- 88
rembe ente abiri mu nya, endiga enume nkaga,
embuzi enume nkaga, abana bendiga abalume
abatanamala mwaka gumu nkaga. Okwo kwe
kwali okuwonga ekyoto, bwekyamala okufu-
kibwako amafuta. Awo Musa bweyaingira mu 89
wema eyokusisinkanirangamu okwogera naye, na-
lyoka awulira Edobozi eryo nga lyogera naye
nga liima wagulu ku ntebe eyokusasira eyali ku
sanduke eyobujulizi, wakati wa bakerubi bombi:
nayogera naye.

8

Mukama nayogera ne Musa nti Yogera ne 1, 2
Aloni omugambe nti Bwonokolezanga etabaza,
etabaza omusanvu zinayakiranga mu maso geki-
kondo. Aloni nakola bwatyo; yakoleza etabaza 3
zakyo (okwakiranga) mu maso gekikondo, nga Mu-
kama bweyalagira Musa. Era guno gwe gwali 4
omulimu ogwekikondo, mulimu gwa zabu mpese;
okutuka ku ntobo yakyo, nokutuka ku bimuli
byakyo, kyali mulimu muwese: ngekyokulabirako
bwekyali Mukama kyeyalaga Musa, bwatyo bwe-
yakola ekikondo.

Mukama nagamba Musa nti Yawula Abalevi 5, 6
mu bana ba Isiraeri, obalongose. Era bwono- 7
bakola bwoti okubalongosa: mansira kubo ama'zi
agokutangirira, era akamwano bakaise ku mubiri
gwabwe gwona, boze engoye zabwe, berongose.
Awo batwale ente envubuka, nekiwebwayo kya- 8

ko ekyobu'ta, obu'ta obulungi obutabudwamu
amafuta, nente envubuka eyokubiri gitwale okuba
9 ekiwebwayo olwekibi. Awo onoyanjula Abalevi
mu maso gewema eyokusisinkanirangamu: no-
kung'anya ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri:
10 noyanjula Abalevi mu maso ga Mukama: abana
ba Isiraeri nebateka emikono gyabwe ku Balevi:
11 Aloni nawayo Abalevi mu maso ga Mukama
okuba ekiwebwayo ekiwubibwawubibwa, kubwa-
bana ba Isiraeri, baberenga abokukola okuwereza
12 kwa Mukama. Abalevi nebateka emikono gya-
bwe ku mitwe gyente: nawe oweyo emu okuba
ekiwebwayo olwekibi, neyokubiri okuba eki-
webwayo ekyokebwa, eri Mukama, okutangirira
13 Abalevi. Noteka Abalevi mu maso ga Aloni
ne mu maso ga batabanibe, nobawayo okuba
ekiwebwayo ekiwubibwawubibwa eri Mukama.
14 Bwotyo bwonoyawula Abalevi mu bana ba
15 Isiraeri: Nabalevi baliba bange. Oluvanyuma
Abalevi nebalyoka baingira okukolanga okuwe-
reza okwomuwema eyokusisinkanirangamu: nawe
onobalongosa, nobawayo okuba ekiwebwayo eki-
16 wubibwawubibwa. Kubanga baweredwayo dala
gyendi mu bana ba Isiraeri; nabetwalira mu
kifo kyabo bona abagula enda, be baberyeberye
17 ku bana ba Isiraeri bona. Kubanga ababerye-
beryе bona mu bana ba Isiraeri bange, obanga
muntu obanga nsolo: ku lunaku kwenakubira
ababeryeberye bona munsi Yemisiri nabetukuliza.
18 Era natwala Abalevi mu kifo kyababeryeberye
19 bona mu bana ba Isiraeri. Era nawa Abalevi
okuba ekirabo eri Aloni neri batabanibe nga mba-
gya mu bana ba Isiraeri, okukolanga okuwereza
kwabana ba Isiraeri mu wema eyokusisinkaniran-
gamu, nokutangiriranga abana ba Isiraeri:
waleme okuba ekibonyobonyo kyona mu bana ba
Isiraeri, abana ba Isiraeri bwebasembera mu
20 watukuvu. Bwatyo Musa bweyakola Abalevi ne

Aloni, nekibina kyona ekyabana ba Isiraeri: nga byona bwebyali Mukama byeyalagira Musa ku Balevi, bwebatyo abana ba Isiraeri bwebābakola. Abalevi neberongosa mu kibi, neboza engoye 21
zabwe; Aloni nabawayo okuba ekiwebwayo ekiwubibwawubibwa mu maso ga Mukama; Aloni nabatangirira okubalongosa. Awo oluvanyuma 22
Abalevi nebalyoka baingira okukola okuwereza kwabwe mu wema eyokusisinkanirangamu mu maso ga Aloni, ne mu maso ga batabanibe: nga Mukama bweyali alagide Musa ku Balevi, bwebatyo bwebābakola.

Mukama nagamba Musa nti Bino bye bya 23
Balevi: abakamaze emyaka abiri mwetano noku- 24
kirawo banaingiranga okulwanira olutalo mu mulimu ogwomuwema eyokusisinkanirangamu: era bwebanawezanga emyaka atano, banalekeranga 25
awo okulwanira mu mulimu, nga tebakyawereza; naye banakoleranga wamu ne baganda babwe mu 26
wema eyokusisinkanirangamu, okukuma byebateresebwa, nga tebawereza kuwereza kwona. Bwotyo bwonokola Abalevi mwebyo byebateresebwa.

9

Mukama nagambira Musa mu lukola lwa Sinai, 1
mu mwezi ogwoluberyeberye ogwomwaka ogwokubiri nga bamaze okuva munsi Yemisiri, nti
Era abana ba Isiraeri bakwatenga Okuitako mu 2
ntuko zakwo ezalagirwa. Ku lunaku olwe- 3
kumi nenya olwomwezi guno, akawungezi, kwemunakukwatiranga mu ntuko zakwo ezalagirwa: ngamateka gakwo gona nemize gyakwo gyona bwebiri, bwemunakukwatanga bwemutyo.
Musa nagamba abana ba Isiraeri bakwatenga 4
Okuitako. Nebakwatira Okuitako mu (mwezi) 5
ogwoluberyeberye, ku lunaku olwekumi nenya

olwomwezi, akawungezi, mu lukola lwa Sinai:
nga byona bwebyali Mukama byeyalagira Musa,
6 bwebatyo bwebākola abana ba Isiraeri. Awo
newabawo abantu abali nga si balongofu olwomu-
lambo gwomuntu, nobutainza nebatainza kukwa-
tira Kuitako ku lunaku olwo: nebaja mu maso
7 ga Musa ne Aloni ku lunaku olwo: abantu abo
nebamugamba nti Tetuli balongofu olwomulambo
gwomuntu: ekituziiza kiki obutawayo kitone kya
Mukama mu ntuko zakyo mu bana ba Isiraeri?
8 Musa nabagamba nti Musoke muleke; nydoke
mpulire Mukama kyanalagira kumwe.
9, 10 Mukama nagamba Musa nti Gamba abana ba
Isiraeri nti Omuntu yena kumwe oba ku mirembe
gyamwe bwanabanga si mulongofu olwomulambo,
oba bwanabanga ali mu lugendo ewala, naye ana-
11 kwatanga Okuitako eri Mukama: mu mwezi
ogwokubiri ku lunaku olwekumi nenya aka-
wungezi kwebanakukwatiranga; banakulyanga
12 nemigati egitazimbulukuswa nenva ezikawa: teba-
sigazangako okutusa enkya, so tebamenyanga gu-
mba lyakwo: ngeteka lyona Eryokuitako bweriri
13 bwebanakukwatanga bwebatyo. Naye omuntu
omulongofu so atali mu lugendo, naleka okukwata
Okuitako, obulamu obwo bunazikirizibwanga mu
bantube: kubanga tawadeyo kitone kya Mukama
mu ntuko zakyo ezalagirwa, omuntu oyo anaba-
14 ngako ekibikye. Era omugenyi bwanatulanga
mumwe, nayagala okukwata Okuitako eri Mu-
kama; ngeteka Eryokuitako nemize gyakwo bwe-
biri, bwanakolanga bwatyo: munabanga neteka
limu eri omugenyi era neri oyo eyazalirwa munsi.
15 Awo ku lunaku enyumba kweyasimbirwa ekire
nekibika ku nyumba, ye wema eyobujulizi: era
akawungezi nekiba ku nyumba ngekifananyi
16 kyomuliro, okutusa enkya. Bwekyabanga bwe-
kityo enaku zona: ekire kyagibikangako, neki-
17 fananyi kyomuliro kiro. Era buli ekire lwekya-

gyibwangako ku Wema, awo abana ba Isiraeri nebalyoka batambula: ne mu kifo ekire mwekyaberanga, awo abana ba Isiraeri webasisiranga. Abana ba Isiraeri bātambulanga lwa kiragiro 18
kya Mukama, era bāsisiranga lwa kiragiro kya Mukama: ekisera kyona ekire kyekyamalanga ku nyumba bātulanga mu lusisira. Era ekire 19
bwekyalwanga enaku nyingi ku nyumba, awo abana ba Isiraeri nebakwatanga ekiragiro kya Mukama, nebatatambula. Era olusi ekire kyama- 20
langa enaku ntono ku nyumba; awo ngekiragiro kya Mukama bwekyali nebatulanga mu lusisira, era ngekiragiro kya Mukama bwekyali bātambulanga. Era olusi ekire kyabangako okusoka 21
akawungezi okutusa enkya; era ekire bwekyagyibwangako enkya nebatambula: oba (bwekyabangako) emisana nekiro, ekire bwekyagyibwangako, nebatambula. Obanga naku biri obanga mwezi 22
obanga mwaka, ekire bwekyalwanga ku nyumba, nga kibera okwo, abana ba Isiraeri nebatulanga mu lusisira, nebatatambula: naye bwekyagyibwangako, nebatambulanga. Bāsisiranga lwa 23
kiragiro kya Mukama, era bātambulanga lwa kiragiro kya Mukama: bākwatanga ebyo Mukama byeyakūtira, olwekiragiro kya Mukama mu mukono gwa Musa.

10

Mukama nagamba Musa nti Wekolere amako- 1, 2
ndere abiri ga feza; onogakola nomulimu omuwese: era ganabanga gyoli ga kuita kibina, era ga kutambuza nsisira. Era bwebanagafuwanga, 3
ekibina kyona kinakung'aniranga gyoli ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Era 4
bwebanafuwanga erimu lyoka, awo abakulu, emitwe gyenkumi za Isiraeri, banakung'aniranga gyoli. Era bwemunagafuwanga okugalaya, ensi- 5

sira eziri ku luwi olwebugwanjuba zinatambulanga.
6 Era bwemunagafuwanga okugalaya omulundi
ogwokubiri, ensisira eziri ku luwi olwobukika
obwadyo zinatambulanga: banagafuwanga okuga-
7 laya olwokutambula kwabwe. Naye ekibina
bwekinabanga kya kukung'anyizibwa, munafu-
8 wanga, naye temugalayanga. Ne batabani ba
Aloni, bakabona, banafuwanga amakondere; era
ganabanga gyemuli teka eritaligwawo mu mirembe
9 gyamwe gyona. Era bwemunatabalanga munsi
yamwe omulabe abajoga, awo munafuwanga ama-
kondere okugalaya; era munajukirwanga mu maso
ga Mukama Katonda wamwe, era munalokokanga
10 mu balabe bamwe. Era ku lunaku olwesanyu
lyamwe, ne ku mbaga zamwe ezalagirwa, nemyezi
gyamwe weginasokeranga, munafuwanga ama-
kondere ago ku biwebwayo byamwe ebyokebwa
ne ku sadaka ezebyamwe ebiwebwayo olwemire-
mbe; era ganabanga gyemuli kijukizo mu maso ga
Katonda wamwe: nze Mukama Katonda wamwe.
11 Awo olwatuka mu mwaka ogwokubiri, mu
mwezi ogwokubiri, ku lunaku olwabiri olwo-
mwezi, ekire nekigyibwa kungulu ku wema eyo-
12 bujulizi. Abana ba Isiraeri nebasitula ngebira-
mago byabwe bwebyali nebava mu lukola lwa
Sinai; ekire nekiimirira mu lukola lwa Palani.
13 Nebasoka okusitula ngekiragiro kya Mukama
14 bwekyali mu mukono gwa Musa. Ebendera eyo-
lusisira olwabana ba Yuda nekulembera nesitula
ngegye lyabwe bweryali: nomukulu wegyerye
15 yali Nakasoni mutabani wa Aminadabu. Nomu-
kulu wegye lyekika kyabana ba Isakali yali
16 Nesaneri mutabani wa Zuala. Nomukulu wegye
lyekika kyabana ba Zebuluni yali Eriabu mu-
17 tabani wa Keroni. Enyumba nesimbulibwa;
batabani ba Geresoni ne batabani ba Merali, abe-
18 tikanga enyumba, nebasitula. Ebendera yolu-
sisira lwa Leubeni netambula ngegye lyabwe bwe-

ryali: nomukulu wegyerye yali Erizula mutabani
wa Sedeula. Nomukulu wegye lyekika kyabana 19
ba Simeoni yali Serumieri mutabani wa Zulisadai.
Nomukulu wegye lyekika kyabana ba Gada yali 20
Eriasafu mutabani wa Deweri. Abakokasi nebe- 21
tika nga basitude awatukuvu: (bali) nebasimbanga
enyumba bo nga tebanatuka. Ebendera eyolu- 22
sisira lwabana ba Eferaimu nesitula ngegye lya-
bwe bweryali: nomukulu wegyerye yali Erisama
mutabani wa Amikuda. Nomukulu wegye lye- 23
kika kyabana ba Manase yali Gamalieri mutabani
wa Pedazula. Nomukulu wegye lyekika kyabana 24
by Benyamini yali Abidoni mutabani wa Gideoni.
Ebendera yolusisira lwabana ba Dani, eyasemba- 25
nga ensisira zona, nesitula ngegye lyabwe bweryali:
nomukulu wegyerye yali Akiezera mutabani wa
Amisadai. Nomukulu wegye lyekika kyabana 26
ba Aseri yali Pagieri mutabani wa Okerani. No- 27
mukulu wegye lyekika kyabana ba Nafutali yali
Akira mutabani wa Enani. Okwo kwe kwali 28
okutambula kwabana ba Isiraeri ngegye lyabwe
bweryali; nebasitula.

Awo Musa nagamba Kobabu mutabani wa 29
Leweri Omumidiani, mukodomi wa Musa, nti
Tutambula okugenda mu kifo Mukama kyeyayo-
gerako nti Ndikibawa: jangu gwe ogende nafe,
nafe tunakukola bulungi: kubanga Mukama yayo-
gera ebirungi ku Isiraeri. Namugamba nti Sija 30
kugenda: naye nadayo munsi yewafe neri eng'a-
nda zange. Nagamba nti Totuleka, nkwegairide; 31
kubanga gwomanyi bwetuba tusisiranga mu
lukola, era onobanga gyetuli mu kifo kyamaso.
Awo olunatukanga, bwonogenda nafe, wewawo, 32
olunatukanga buli birungi byona Mukama bya-
natukolanga fe, ebyo tunakukolanga nawe.

Nebasitula nebava ku lusozi lwa Mukama oku- 33
tambula olugendo olwenaku esatu; nesanduke
eyendagano ya Mukama nebakulembera olugendo

olwenaku esatu okubanonyeza ekifo ekyokuwu-
34 muliramu. Nekire kya Mukama kyabanga kubo emisana, bwebasitulanga okuva mu lusisira.
35 Awo olwatukanga esanduke bweyasitulwanga Musa nayogera nti Golokoka, ai Mukama, abalabebo basasanyizibwe; nabo abakukyaye baduke
36 mu masogo. Era bweyaimiriranga nayogera nti Komawo, ai Mukama, eri obukumi obwenkumi za Isiraeri.

11

1 Abantu nebaba nga bemulugunya, (nga bogera) bubi mu matu ga Mukama: Mukama bweyabuwulira obusungubwe nebwaka; omuliro gwa Mukama negwokya mubo, negulya ku nkomerero
2 yolusisira. Abantu nebakabira Musa; Musa
3 nasaba Mukama, omuliro negukakana. Ekifo ekyo nekitumibwa erinya Tabera: kubanga omuliro gwa Mukama gwayokya mubo.
4 Awo ekibina ekyabasenze ekyali mubo nebatanula okwegomba: nabana ba Isiraeri nabo nebakaba amaziga nate, nebagamba nti Ani anatuwa
5 enyama okulya? Tujukira ebyenyanja byetwaliranga obwerere mu Misiri; wuju nensuju nenva
6 nobutungulu nebyokulīra: naye kakano obulamu bwafe bukalide dala; tewali kintu na katono: tetulina kintu kyetuba twesiga wabula emanu
7 eno. Era emanu yali ng'anga ensigo za jada, nekifananyi kyayo ngekifananyi kya bedola.
8 Abantu nebatambulatambula, nebagikung'anya nebagiseza ku mengo, oba nebagisekulira mu binu, nebagifumba mu ntamu, nebagigyamu emigati: nokuwoma kwayo kwali ng'anga okuwoma
9 kwamafuta amagya. Era omusulo bwegwagwanga ku lusisira ekiro, emanu negwanga kugwo.
10 Musa nawulira abantu nga bakaba amaziga mu ng'anda zabwe zona, buli muntu ku mulyango

gwewemaye: obusungu bwa Mukama nebwaka
nyo; Musa nanyiga. Awo Musa nagamba Mu- 11
kama nti Kiki ekikukoze'za obubi omuduwo?
era kiki ekindobede obutalaba kisa mu masogo,
nokusako nonzisako omugugu gwabantu bano
bona? Nze nali olubuto lwa bantu bano 12
bona? nze nabazala, nokugamba nong'amba nti
Basitule mu kifubakyo nga kitawe womwana
omulezi bwasitula omwana ayonka, okubatwala
munsi gyewalairira bajaja babwe? Nandigye wa 13
nze enyama okugabira abantu bano bona? kuba-
nga bankabira nga bogera nti Tuwe enyama tulye.
Nze siinza kusitula bantu bano bona nzeka, ku- 14
banga bainze okunzitowerera. Era bwononkola 15
bwotyo, nzitira dala mangwago, nkwegairide,
obanga ndabye ekisa mu masogo; neme okulaba
enaku zange.

Mukama nagamba Musa nti Nkung'anyiza aba- 16
saja nsanvu abokukakade ba Isiraeri, bomanyi
okuba abakade babantu, nabakulu abanabafuga-
nga; obalete ku wema eyokusisinkanirangamu,
baimirire eyo wamu nawe. Nange naka nenjo- 17
gerera nawe eyo: era natola ku mwoyo oguli ku-
gwe, nenguteka kubo; nabo banasitulanga omu-
gugu gwabantu wamu nawe, oleme okugusitula
gwe weka. Era gamba abantu nti Mwetukulize 18
olunaku olwenkya, era mulirya enyama: kubanga
mukabide amaziga mu matu ga Mukama nga
mwogera nti Ani alituwa enyama okulya? kuba-
nga twali bulungi mu Misiri: Mukama kyaliva
abawa enyama, nemulya. Temulirirako lunaku 19
lumu, newakubade enaku ebiri, newakubade ena-
ku etano, newakubade enaku ekumi, newakubade
enaku abiri; naye mwezi mulamba, okutusa lwe- 20
rifulumira mu nyindo zamwe, nemuginyiwa: ku-
banga muganyi Mukama ali mumwe, nemukabira
amaziga mu masoge nga mwogera nti Ekyatugya
ki mu Misiri? Musa nagamba nti Abantu bendi- 21

mu wakati, bali abasaja abatambula nebigere obusirivu mukaga; nawe ogambye nti Ndibawa
22 enyama balireko omwezi omulamba. Banaba'tiranga endiga nente okubamalanga? oba balibakung'anyiza ebyenyanja byona ebyomunyanja okubamalanga?
23 Mukama nagamba Musa nti Omukono gwa Mukama guimpawade? kakano onolaba obanga ekigambo kyange kinatukirira gyoli nantiki siwe-
24 wawo. Musa nafuluma nabulira abantu ebigambo bya Mukama: nakung'anya abasaja nsanvu abokubakade babantu, nabasawo okwetolola Ewe-
25 ma. Mukama nakira mu kire nayogera naye, natola ku mwoyo ogwali kuye, naguteka ku bakade ensanvu: awo olwatuka omwoyo bwegwatula
26 kubo nebalagula, naye nebakomya awo. Naye nemusigala mu lusisira abasaja babiri, erinya lyomu Eridada, nerinya lyomulala Medada: omwoyo negutula kubo; era bāli ku muwendo gwabo abawandikibwa, naye bāli tebafulumye okugenda ku Wema: nebalagulira mu lusisira.
27 Omulenzi naduka nabulira Musa nagamba nti
28 Eridada ne Medada balagulira mu lusisira. Yosuwa mutabani wa Nuni, omuwereza wa Musa, omu ku basajabe abalonde, nadamu nagamba nti
29 Mukama wange Musa, bagane. Musa nagamba nti Obugya bukukute kulwange? abantu bona aba Mukama singa banabi, Mukama singa abate-
30 kako omwoyogwe! Musa neyegendera mu lusi-
31 sira, ye nabakade ba Isiraeri. Empewo nefuluma eri Mukama, nereta obugubi okuva ku nyanja, nebugwisa mu lusisira, ngolugendo olwolunaku olumu ku luwi luno, nolugendo olwolunaku olumu ku luwi luli, okwetolola olusisira, ngemikono
32 ebiri okutuka ku taka webwali. Abantu nebagolokoka nebazibya olunaku olwo, nebakesa obude, nebazibya obude obwenkya, nebakung'anya obugubi: eyakung'anya obutono, yakung'anya

komeri kumi: nebabweyanikira wonawona okwetolola olusisira. Enyama bweyali ngekyali wakati 33
mu manyo gabwe, nga tebanaba kugigāya, obusungu bwa Mukama nebwaka ku bantu, Mukama nakuba abantu ekibonyobonyo kinene nyo. Eki- 34
fo ekyo nekitumibwa erinya Kibirosikatava: kubanga webazika abantu abegomba. Abantu ne- 35
basitula Ekibirosikatava nebatambula nebagenda Ekazerosi; nebatula Ekazerosi.

12

Awo Miryamu ne Aloni nebogera obubi ku Musa 1
olwomukazi Omukusi gweyali awasi'za: 'kubanga yali awasi'za omukazi Omukusi. Nebogera nti 2
Mazima Mukama yayogera ne Musa yeka? era teyayogera nafe? Mukama nabiwulira. Era 3
omusaja Musa yali muwombefu nyo, okusinga abantu bona abāli kunsi yona. Mukama nayo- 4
gera mangwago ne Musa ne Aloni ne Miryamu nti Mufulume mwensatule muje ku wema eyokusisinkānirangamu. Abo bonsatule nebafuluma.
Mukama nakira mu mpagi eyekire, naimirira ku 5
mulyango Gwewema, naita Aloni ne Miryamu: bombi nebafuluma. Nayogera nti Muwulire 'no 6
ebigambo byange: obanga munabanga mumwe nabi, nze Mukama netegezanga gyali mu kwolesebwa, nayogereranga naye mu kiroto. Omudu 7
wange Musa si bwali bwatyo; oyo mwesigwa mu nyumba yange yona: oyo nayogeranga naye aka- 8
mwa nakamwa, mu lwatu, so si mu bigambo bya ngero; nokufanana kwa Mukama alikulaba: kale ekyabalobera ki okutya okwogera obubi ku mudu wange, ku Musa? Obusungu bwa Mukama ne- 9
bwaka kubo; neyegendera. Ekire nekiva wagu- 10
lu ku Wema; era, laba, Miryamu nabako ebigenge, ngomuzira: Aloni natunulira Miryamu, era, laba, ngaliko ebigenge. Aloni nagamba Musa 11

nti Ai mukama wange, nkwegairide, totutekako
kibi, kubanga tukoze ebyobusirusiru era nga tu-
12 koze ekibi. Nkwegairide aleme okuba ngomufu,
omubirigwe nga gwononeseko ekitundu bwava
13 mu lubuto lwa nyina. Musa nakabira Mukama
ngayogera nti Muwonye, ai Katonda, nkwegairide.
14 Mukama nagamba Musa nti Kitawe singa amu-
wandide amalusu obulusu mu maso, ensonyi
tezandimukwatide enaku musanvu? asibirwe
ebweru wolusisira enaku musanvu, awo oluva-
15 nyuma alyoke aingizibwe nate. Miryamu nasi-
birwa ebweru wolusisira enaku musanvu: abantu
nebatatambula okutusa Miryamu lweyaingizibwa
16 nate. Awo oluvanyuma abantu nebasitula Eka-
zerosi nebatambula nebasisira mu lukola lwa
Palani.

13

1, 2 Awo Mukama nagamba Musa nti Tuma
abantu bakete ensi ya Kanani, gyembawa abana
ba Isiraeri: munagya omuntu ku buli kika kya
bakitabwe nemumutuma, buli muntu omukulu
3 mubo. Awo Musa nabatuma ngaima mu lukola
lwa Palani ngekiragiro kya Mukama bwekyali:
bona abasaja abāli emitwe gyabana ba Isiraeri.
4 Namanya gabwe ge gano: ku kika kya Leubeni,
5 Semuwa mutabani wa Zakula. Ku kika kya
6 Simeoni, Safati mutabani wa Koli. Ku kika
7 kya Yuda, Kalebu mutabani wa Yefune. Ku
kika kya Isakali, Igali mutabani wa Yusufu.
8 Ku kika kya Eferaimu, Kosea mutabani wa Nu-
9 ni. Ku kika kya Benyamini, Paliti mutabani wa
10 Lafu. Ku kika kya Zebuluni, Gadieri mutabani
11 wa Sodi. Ku kika kya Yusufu, kye kika kya
12 Manase, Gadi mutabani wa Susi. Ku kika kya
13 Dani, Amieri mutabani wa Gemali. Ku kika
14 kya Aseri, Sesula mutabani wa Mikaeri. Ku

kika kya Nafutali, Nakabi mutabani wa Vofesi.
Ku kika kya Gada, Geweri mutabani wa Maki. 15
Ago ge manya gabantu Musa beyatuma okuketa 16
ensi. Musa natūma Kosea mutabani wa Nuni
Yosuwa. Musa nabatuma okuketa ensi ya Ka- 17
nani, nabagamba nti Mwambukire mu kubo lino
eryobukika obwadyo, mulinye ku nsozi: mule- 18
ngere ensi bweri; nabantu abagitulamu obanga
ba mānyi obanga banafu, obanga batono obanga
bangi; era ensi bweri gyebatulamu, obanga nungi 19
obanga mbi; nebibuga bwebiri byebatulamu,
obanga mu nsisira, obanga mu bigo; era ensi 20
bweri, obanga ng'imu obanga nkalu, obanga mu-
limu emiti obanga temuli. Era mugume omwoyo,
nemuleta ku bibala byensi. Era ebiro byali biro
bya zabibu ezisoka okwengera. Awo nebambuka, 21
nebaketa ensi okuva ku lukola lwa Zini okutuka
Erekobu, okutusa woingirira Ekamasi. Neba- 22
mbukira obukika obwadyo, nebatuka Ekeberoni;
era Akimani, Sesai, ne Talamai, abana ba Anaka,
bāli bali eyo. [Era Keberoni kyali kyakamaze
emyaka musanvu okuzimbibwa, nebalyoka bazi-
mba Zoani ekiri mu Misiri.] Nebatuka mu ki- 23
wonvu Esikoli, nebatemayo etabi ervaliko ekiri-
mba kimu ekya zabibu, nebakisitulira ku musi-
tuliro abantu babiri; era (bāleta) ne ku makoma-
mawanga, ne ku tini. Ekifo ekyo nekitumibwa 24
ekiwonvu Esikoli, olwekirimba abana ba Isiraeri
kyebatemayo. Awo nebakomawo nga bamaze 25
okuketa ensi enaku ana nga ziisewo. Nebatuka ne- 26
baja eri Musa neri Aloni neri ekibina kyona ekya-
bana ba Isiraeri, mu lukola lwa Palani, Ekadesi;
nebabadiza ebigambo bo nekibina kyona, nebala-
laga ebibala byensi. Nebamubulira nebagamba 27
nti Twatuka munsi gyewatutuma, era mazima
ekulukuta namata nomubisi gwenjuki; era bino
bye bibala byayo. Naye abantu abatula munsi 28
ba mānyi, nebibuga biriko enkomera, binene nyo:

29 era nate twalabayo abana ba Anaka. Amaleka
atula munsi eyobukika obwadyo: Nomukiti, No-
muyebusi, Nomwamoli, batula ku nsozi: Nomu-
kanani atula kumpi nenyanja, era ku lubalama
30 lwa Yolidani. Kalebu nasirisa abantu mu maso
ga Musa, nagamba nti Twambuke mangwago,
tugirye; kubanga tuinziza dala okugiwangula.
31 Naye abantu abayambukira awamu naye nebaga-
mba nti Tetuinza kwambuka ku bantu abo; ku-
32 banga batukiza amanyi. Nebaleta ebigambo ebi-
bi ebyensi gyebali bakese eri abana ba Isiraeri
nga bogera nti Ensi gyetwaitamu okugiketa, nsi
erira dala abagitulamu; nabantu bona betwalaba
33 omwo basaja bawanvu nyo. Era twalabayo Ba-
nefiri, abana ba Anaka, abava ku Banefiri: nafe
netuba mu maso gafe ngobwacaka, era bwetwali
mu maso gabwe.

14

1 Awo ekibina kyona nebaimusa edobozi lyabwe,
nebalira; abantu nebakaba amaziga ekiro ekyo.
2 Abana ba Isiraeri bona nebemulugunyiza Musa
ne Aloni: ekibina kyona nebabagamba nti Singa
twafira munsi Yemisiri! oba singa twafira mu
3 lukola muno! Era Mukama atuletera ki munsi
muno, okugwa nekitala? Bakazi bafe nabana
bafe abato baliba munyago: sikye kisinga
4 obulungi gyetuli okudayo mu Misiri? Neba-
gambagana nti Twetekerewo omugabe, tudeyo
5 mu Misiri. Awo Musa ne Aloni nebavunama
amaso gabwe mu maso gekibina kyona ekya-
6 bana ba Isiraeri. Yosuwa mutabani wa Nuni ne
Kalebu mutabani wa Yefune, abāli ku muwendo
7 gwabo abaketa ensi, nebayuza engoye zabwe: ne-
babulira ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nga
bogera nti Ensi gyetwaitamu okugiketa nsi nungi

nyo. Mukama obanga atusanyukira, awo alitu- 8
ngiza munsi omwo, nagituwa; ensi ekulukuta
namata nomubisi gwenjuki. Kyoka temujemera 9
Mukama, so temutya bantu ba munsi; kubanga
kya kulya gyetuli: ekisikirize kyabwe kigyidwa
wagulu kubo, era Mukama ali wamu nafe: temu-
batya. Naye ekibina kyona nebalagira okuba- 10
kuba amainja. Ekitibwa kya Mukama nekirabi-
kira mu wema eyokusisinkanirangamu eri abana
ba Isiraeri bona.

Mukama nagamba Musa nti Abantu bano bali- 11
tusa wa oku'nyoma? era balitusa wa obutanzikiri-
riza olwobubonero bwona bwenakolera mubo?
Nãbakuba ne kawumpuli, nembagyako obusika 12
bwabwe, nenkugyamu egwanga eribasinga bo
obunene namanyi. Musa nagamba Mukama 13
nti Awo Abamisiri balikiwulira; kubanga wa-
gya abantu bano mubo namanyigo nobali-
nyisa; nebakibulira abatula munsi muno: bãwu- 14
lira nga gwe Mukama oli wakati mu bantu
bano; kubanga gwe Mukama olabika amaso
namaso, nekirekyo kiimirira kubo, nobakule-
mbera, mu mpagi eyekire emisana, ne mu mpa-
gi eyomuliro ekiro. Kale bwono'ta abantu bano 15
ngomuntu omu, awo amawanga agãwulira etutu-
molyo balyogera nti Kubanga Mukama teyainza 16
kuingiza bantu bano munsi gyeyabalairira, kye-
yava aba'tira mu lukola. Kale kakano, nkwe- 17
gairide, obuinza bwa Mukama bubere bungi, nga
bwewayogera nti Mukama alwawo okusunguwala, 18
era owokusasira kungi, asonyiwa obutali butu-
kirivu nokusobya, era atalimugyako musango na-
katono (aguliko); awalana obutali butukirivu bwa
bajaja babwe ku bana, ku mirembe egyokusatu
negyokuna. Nkwegairide, sonyiwa, obutali butu- 19
kirivu bwabantu bano ngokusasirakwo bwekuli
okungi, era nga bwewasonyiwanga abantu bano
okuva mu Misiri na guno gujwa. Mukama naga- 20

mba nti Nsonyiye ngekigambokyo bwekibade:
21 naye mazima dala, nga bwendi omulamu, era
ngensi zona bwezirijula ekitibwa kya Mukama;
22 kubanga abasaja abo bona abālaba ekitibwa kya-
nge nobubonero bwange bwenakolera mu Misiri
ne mu lukola, naye nebankema emirundi gino
23 ekumi, nebatawulira dobozi lyange; mazima
tebalaba nsi gyenalairira bajaja babwe, so tewa-
24 liba kwabo abānyoma nomu aligiraba: naye
omudu wange Kalebu, kubanga yalina omwoyo
omulala muye, era yangobererera dala, oyo ndi-
muleta munsi gyeyagendamu; nezaderye lirigi-
25 rya. Kale Omwamaleka Nomukanani batula
mu kiwonvu: enkya mukyuke, mwegendere mu
lukola mu kubo Eryenyanja Emyufu.
26, 27 Mukama nagamba Musa ne Aloni nti
Nditusa wa (okugumikiriza) ekibina kino ekibi,
abanemulugunyiza? Mpulide okwemulugunya
28 kwabana ba Isiraeri kwebanemulugunyiza. Ba-
gambe nti Nga bwendi omulamu, bwayo-
gera Mukama, mazima nga bwemwogede
mu matu gange, bwentyo bwendibakola: emi-
29 rambo gyamwe girigwa mu lukola muno; nabo
bona ababalibwa kumwe, ngomuwendo gwamwe
gwona bwegwali, abāli bakamaze emyaka abiri
30 nokukirawo, abanemulugunyi'za, mazima temu-
lituka munsi, gyenaimusiriza omukono gwange
okubatuza omwo, wabula Kalebu mutabani wa
31 Yefune, ne Yosuwa mutabani wa Nuni. Naye
abana bamwe abato, bemugambye okuba omu-
nyago, abo ndibaingiza, nabo balimanya ensi gye-
32 muganyi. Naye mwe, emirambo gyamwe giri-
33 gwa mu lukola muno. Nabana bamwe baliba
batambuze mu lukola okumala emyaka ana, era
balibako obwenzi bwamwe, okutusa emirambo
34 gyamwe lwegirizikiririra mu lukola. Ngomuwe-
ndo gwenaku bwegwali zemwaketeramu ensi,
ze naku ana, buli lunaku mwaka, bwemulibako

bwemutyo obutali butukirivu bwamwe, gye
myaka ana, era mulimanya bwenabābulira.
Nze Mukama njogede, mazima ndikola kino eki- 35
bina kino kyona ekibi, abankung'anideko: mu
lukola muno mwebalizikiririra, era mwebalifira.
Nabantu Musa beyatuma okuketa ensi, abāko- 36
mawo nebamwemulugunyizisa ekibina kyona,
nga baleta ebigambo ebibi kunsi, abantu abo 37
abaleta ebigambo ebibi ebyensi nebafa kawumpuli
mu maso ga Mukama. Naye Yosuwa mutabani wa 38
Nuni ne Kalebu mutabani wa Yefune nebasigala
nga balamu ku bantu abo abagenda okuketa ensi.
Awo Musa nabulira abana ba Isiraeri bona 39
ebigambo ebyo: abantu nebawubala nyo. Neba- 40
golokoka enkya mu makya, nebegendera ku ntiko
yolusozi nga bogera nti Laba, tutuno, era tunaya-
mbuka mu kifo Mukama kyeyasubiza: kubanga
twayonona. Musa nagamba nti Kakano musobeza 41
ki ekiragiro kya Mukama, kubanga tekibe na
mukisa? Temwambuka, kubanga Mukama tali 42
mumwe; muleme okukubirwa dala mu maso
gabalabe bamwe. Kubanga eyo Omwamaleka 43
Nomukanani bali mu maso gamwe, era munagwa
nekitala: kubanga mwada enyuma obutagoberera
Mukama, Mukama kyanava alema okubera na-
mwe. Naye nebeyinula okulinya ku ntiko yolu- 44
sozi: naye sanduke eyendagano ya Mukama ne
Musa tebava mu lusisira. Awo Omwamaleka na- 45
serengeta, Nomukanani eyatula ku lusozi okwo,
nebabakuba nebabasera dala okutusa Ekolima.

15

Mukama nagamba Musa nti Yogera na- 1, 2
bana ba Isiraeri obagambe nti Bwemulimala
okutuka munsi gyemulitulamu, gyembawa, era 3
nga mwagade okuwayo ekiwebwayo nomuliro

eri Mukama, ekiwebwayo ekyokebwa oba sadaka,
okutukiriza obweyamo, oba okuba kyemuwayo
kubwamwe, oba ku mbaga zamwe ezalagirwa,
okunyokeza Mukama evumbe edungi, kunte oba
4 ku ndiga: awo oyo anawangayo ekitonekye
anawangayo eri Mukama ekiwebwayo ekyobuta
ekyekitundu ekyekumi (ekya efa) eyobuta obu-
lungi obutabudwamu ekitundu ekyokuna ekya
5 ini eyamafuta: nomwenge okuba ekiwebwayo
ekyokunywa, ekitundu ekyokuna ekya ini, ono-
tegekanga wamu nekiwebwayo ekyokebwa oba
6 olwa sadaka, olwa buli mwana wendiga. Oba
olwendiga enume onotegekanga okuba ekiwe-
bwayo ekyobuta ebitundu bibiri ebyekumi (ebya
efa) eyobuta obulungi obutabudwamu ekitundu
7 ekyokusatu ekya ini eyamafuta: era okuba
ekiwebwayo ekyokunywa onowangayo ekitundu
ekyokusatu ekya ini eyomwenge, ogwakawowo
8 eri Mukama. Era bwonotegekanga ente okuba
ekiwebwayo ekyokebwa oba okuba sadaka, oku-
tukiriza obweyamo, oba okuba ebiwebwayo olwe-
9 mirembe eri Mukama: awo anawangayo wamu
nente ekiwebwayo ekyobuta ekyebitundu bisatu
ebyekumi (ebya efa) eyobuta obulungi obuta-
10 budwamu ekitundu kya ini eyamafuta. Era
onowangayo okuba ekiwebwayo ekyokunywa
kitundu kya ini eyomwenge, okuba ekikebwayo
ekikolebwa nomuliro, ekyakawowo eri Mukama.
11 Bwekityo bwekinakolebwanga olwa buli nte, oba
olwa buli ndiga enume, oba olwa buli mwana
12 wendiga omulume, oba abana bembuzi. Ngo-
muwendo gwemunatekanga bwegunabanga, bwe-
munakolanga bwemutyo kina emu ngomuwendo
13 gwazo bwegunabanga. Enzalwa bona banakola-
nga ebyo bwebatyo, bwebanawangayo ekiwebwayo
ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri
14 Mukama. Era omugenyi bwanatulanga namwe,
oba buli anabanga mumwe mu mirembe gyamwe

gyona, era ngayagade okuwayo ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama; ngamwe bwemukola, naye bwanakolanga bwatyo. Mu kibina, wanabangawo eteka limu 15
gyemuli neri omugenyi anatulanga (mumwe), eteka eritaligwawo mu mirembe gyamwe gyona: nga mwe bwemuli, nomugenyi bwanabanga bwatyo mu maso ga Mukama. Eteka limu nomuze 16
gumu binabanga gyemuli neri omugenyi anatulanga namwe.

Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana 17, 18
ba Isiraeri obagambe nti Bwemulituka munsi gyembatwala, awo olunatukanga, bwemunalyanga ku 19
mugati ogwensi, munawangayo ekiwebwayo ekisitulibwa eri Mukama. Ku mugoyo gwamwe 20
ogwoluberyeberye kwemunagyanga omugati nemuguwayo okuba ekiwebwayo ekisitulibwa: nga bwemukola ekiwebwayo ekisitulibwa ekyomugûliro, bwemunakisitulanga bwemutyo. Ku mu- 21
goyo gwamwe ogwoluberyeberye kwemunagyanga okuwa Mukama ekiwebwayo ekisitulibwa mu mirembe gyamwe gyona.

Era bwemunasobyanga nemutakwata biragiro 22
bino byona, Mukama byeyabulira Musa, byona 23
Mukama byeyabalagira nomukono gwa Musa, okuva ku lunaku Mukama lweyalagirirako, noluvanyuma lwona mu mirembe gyamwe gyona; awo olunatukanga, bwemunabanga mukikoze nga 24
temumanyiride, ekibina nga tekimanyi, ekibina kyona banawangayo ente emu envubuka okuba ekiwebwayo ekyokebwa, olwevumbe edungi eri Mukama, wamu nekiwebwayo kyako ekyobuta, nekiwebwayo kyako ekyokunywa, ngeteka bweriri, nembuzi emu enume okuba ekiwebwayo olwekibi. Era kabona anatangiriranga ekibina 25
kyona ekyabana ba Isiraeri, era banasonyibwanga; kubanga kubade kusobya, era nga balese ekitone kyabwe, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri

Mukama,nekyabwe ekiwebwayo olwekibi mu ma-
26 so ga Mukama, olwokusobya kwabwe: nekibina
kyona ekyabana ba Isiraeri banasonyibwanga,
nomugenyi atula mubo; kubanga kyakolebwa
27 nga tebamanyiride eri abantu bona. Era omu-
ntu bwanayononanga nga tamanyiride, awo ana-
wangayo embuzi endusi etenamala mwaka gu-
28 mu okuba ekiwebwayo olwekibi. Era kabona
anatangiriranga obulamu obusobya, bwanayono-
nanga nga tamanyiride, mu maso ga Mukama,
29 okumutangirira; awo anasonyibwanga. Muna-
banga neteka limu eri oyo anakolanga ekikolwa
kyona nga tamanyiride, eri enzalwa mu bana ba
30 Isiraeri, neri omugenyi atula mubo. Naye obu-
lamu obunakolanga ekikolwa kyona nekyejo, oba-
nga nzalwa obanga mugenyi, oyo ngavode Mu-
kama; nobulamu obwo bunazikirizibwanga mu
31 bantube. Kubanga anyomye ekigambo kya Mu-
kama era ngamenye ekiragirokye; obulamu obwo
bunazikiririzibwanga dala, obutali butukirivubwe
bunabanga kuye.

32 Awo abana ba Isiraeri bwebāli nga bakyali mu
lukola, nebasanga omuntu ngalondera enku ku lu-
33 naku lwa Sabiti. Nabo abamusanga ngalonda
enku nebamuletera Musa ne Aloni nekibina kyo-
34 na. Nebamusiba, kubanga tekinategezebwa bwa-
35 nakolebwa. Mukama nagamba Musa nti Omuntu
oyo taleme ku'tibwa: ekibina kyona kinamuku-
36 bira amainja ebweru wolusisira. Ekibina kyona
nebamutwala ebweru wolusisira, nebamukuba a-
mainja, nafa; nga Mukama bweyalagira Musa.

37, 38 Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana ba
Isiraeri obalagire okwekolera amatanvuwa ku
nkugiro zebyambalo byabwe mu mirembe gya-
bwe gyona, era bateke omugwa ogwa kaniki ku
39 matanvuwa agali ku buli lukugiro: era ganaba-
nga gyemuli amatanvuwa, mugalabenga nemuju-
kira ebiragiro byona ebya Mukama, nemubikola;

muleme okutambulatambula okugoberera omutima gwamwe mwe namaso gamwe mwe, byemuisa okugoberera okwenda nabyo: mujukire ebiragiro 40
byange byona nemubikola, nemuba batukuvu eri Katonda wamwe. Nze Mukama Katonda wamwe, 41
eyabagya munsi Yemisiri, okuba Katonda wamwe: nze Mukama Katonda wamwe.

16

Awo Kola, mutabani wa Izala, mutabani wa 1
Kokasi, mutabani wa Levi, ne Dasani ne Abiramu, batabani ba Eriabu, ne Oni, mutabani wa Peresi, batabani ba Leubeni, nebatwala (abantu): nebagolokoka mu maso ga Musa, wamu nabalala 2
abokubana ba Isiraeri, abakulu bekibina bibiri mwatano, abāitibwa mu kung'aniro, abasaja abayatikirira: nebekung'anyiza ku Musa ne ku Aloni 3
nebabagamba nti Muinga okwekuza, kubanga ekibina kyona kitukuvu, buli muntu kubo, era Mukama ali mubo: kale mwegulumiriza ki okusinga ekibina kya Mukama? Awo Musa bweyakiwuli- 4
ra navunama amasoge: nagamba Kola ne bane 5
bona nti Enkya Mukama analaga ababe bwebali, nomutukuvu bwali, era anamusembeza gyali: oyo gwanalonda anamusembeza gyali. Mukole bwe- 6
muti; mudire ebyoterezo, Kola ne bane bona; mu- 7
teke omwo omuliro, mubitekeko obubane mu maso ga Mukama enkya: awo olunatuka omuntu Mukama gwanalonda yanaba omutukuvu: muinga okwekuza, mwe batabani ba Levi. Musa nagamba 8
Kola nti Muwulire 'no, mwe batabani ba Levi: kyali kitono gyemuli Katonda wa Isiraeri okuba- 9
wula mu kibina kya Isiraeri, okubasembeza gyali; okukolanga okuwereza okwomunyumba ya Mukama, nokuimiriranga mu maso gekibina okubawereza; nokusembeza gwe ne bagandabo bona 10

batabani ba Levi wamu nawe? era munonya no-
11 bwakabona? Kyemuvude mukung'anira ku Mu-
kama gwe nebano bona: ne Aloni yani mwe oku-
12 mwemulugunyiza? Musa natuma okuita Dasani ne
Abiramu, batabani ba Eriabu: nebagamba nti Tetu-
13 ja kwambuka: kyali kitono gwe okutugya munsi
ekulukuta namata nomubisi gwenjuki notulinyisa,
okutu'tira mu lukola, era naye nokugwanira neki-
14 kugwanira okwefula omulangira kufe? Era nate
totulese munsi ekulukuta namata nomubisi gwe-
njuki, so totuwade busika bwa nimiro nensuku
ezemizabibu: oyagala okubagyamu amaso abantu
15 abo? tetuja kwambuka. Awo Musa nasunguwa-
la nyo, nagamba Mukama nti Tosayo mwoyo eri
ekyabwe ekiwebwayo: sibagyangako na ndogoi
16 emu, so sikolanga bubi nomu kubo. Musa naga-
mba Kola nti Gwe nekibinakyo kyona mubere
mu maso ga Mukama, gwe nabo ne Aloni, enkya:
17 mudire buli muntu ekyoterezokye, mubitekeko
obubane, mulete mu maso ga Mukama buli mu-
ntu ekyoterezokye, ebyoterezo ebikumi bibiri
mwatano; nawe ne Aloni, buli muntu ekyotere-
18 zokye. Nebadira buli muntu ekyoterezokye, ne-
babitekamu omuliro, nebasako obubane, nebaimi-
rira ku mulyango gwewema eyokusisinkaniranga-
19 mu wamu ne Musa ne Aloni. Kola nakung'anyi-
za kubo ekibina kyona ku mulyango gwewema
eyokusisinkanirangamu: ekitibwa kya Mukama
nekirabikira ekibina kyona.
20, 21 Mukama nagamba Musa ne Aloni nti Mweya-
wule wakati mu kibina kino ndyoke mbazikirize
22 mangwago. Nebavunama amaso gabwe nebaga-
mba nti Ai Katonda, Katonda wemyoyo gya bona
abalina emibiri, omuntu omu ngayononye onosu-
23 nguwalira ekibina kyona? Mukama nagamba
24 Musa nti Gamba ekibina nti Mugolokoke muve
25 ku wema ya Kola, Dasani, ne Abiramu. Musa
nagolokoka nagenda eri Dasani ne Abiramu; aba-

kade ba Isiraeri nebamugoberera. Nagamba eki- 26
bina nti Mbegairide, muve ku wema ezabantu ba-
no ababi, so temukoma ku kintu kyona ku bya-
bwe, muleme okuzikirizibwa mu bibi byabwe
byona. Awo nebagolokoka nebava ku nyumba 27
ya Kola, Dasani, ne Abiramu, enjuwi zona: Dasani
ne Abiramu nebafuluma, nebaimirira ku mulya-
ngo gwewema zabwe, ne bakazi babwe, ne bata-
bani babwe, nabana babwe abato. Musa nagamba 28
nti Ku kino kwemunategerera nga Mukama ya-
ntuma okukola emirimu gino gyona; kubanga
saima mu magezi gange nze (okugikola). Abantu 29
bano bwebalifa ngabantu bona bwebafa bulijo,
oba bwebalijirwa ngabantu bona bwebajirwa;
awo Mukama nga teyantuma. Naye Mukama 30
bwanakola ekigambo ekigya, etaka neryasama
akamwa kalyo, neribamira, wamu nebyabwe
byona, neba'ka nga balamu mu kinya; awo
munategera ngabantu bano banyomye Mukama.
Awo olwatuka, bweyali ngagenda okumala okwo- 31
gera ebigambo ebyo byona, etaka neryatika
eryali wansi wabwe: ensi neyasama akamwa 32
kayo, nebamira, nenyumba zabwe, nabantu bona
aba Kola, nebintu byabwe byona. Bwebatyo bo 33
nebyabwe byona neba'ka nga balamu mu kinya:
ensi nebasanikira, nebazikirira mu kibina. Isira- 34
eri yena abāli babetolode nebaduka olwokulira
kwabwe: kubanga bāgamba nti Ensi ereme oku-
tumira fe. Omuliro neguva eri Mukama, negwo- 35
kya abasaja ebibiri mwatano abāwayo obubane.

Mukama nagamba Musa nti Gamba Ereazala 36, 37
mutabani wa Aloni kabona, agye ebyoterezo mu
muliro, nawe ofuke eyo omuliro; kubanga bitu-
kuvu; ebyoterezo bya bano abayonona ku bula- 38
mu bwabwe bo, babifule sawani eziwesebwa oku-
bika ku kyoto: kubanga babiwadeyo mu maso ga
Mukama, kyebiberede ebitukuvu: era biriba ka-
bonero eri abana ba Isiraeri. Ereazala kabona na- 39

twala ebyoterezo ebyebikomo, abo abokedwa byebawadeyo; nebabiwesa okuba ekibika ku kyoto:
40 okuba ekijukizo eri abana ba Isiraeri, omunagwanga yena, atali wa zade lya Aloni, aleme okusemberanga okunyokeza obubane mu maso ga Mukama; aleme okuba nga Kola, era nga bane: Mukama nga bweyamugamba nomukono gwa Musa.
41 Naye ku lwenkya ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nebemulugunyiza Musa ne Aloni nga bo-
42 gera nti Mwa'se abantu ba Mukama. Awo olwatuka, ekibina bwekyali kikung'anide ku Musa ne ku Aloni, nebatunulira ewema eyokusisinkanirangamu: era, laba, ekire nga kigibiseko, ekitibwa
43 kya Mukama nekirabika. Musa ne Aloni nebaja mu bwenyi bwewema eyokusisinkanirangamu.
44, 45 Mukama nagamba Musa nti Mugolokoke muve wakati mu kibina kino, mbazikirize mangwago.
46 Nebavunama amaso gabwe. Musa nagamba Aloni nti Dira ekyoterezokyo, ogye omuliro ku kyoto oguteke omwo, oseko obubane, okitwale mangu eri ekibina, obatangirire: kubanga obusungu bu-
47 fulumye eri Mukama: kawumpuli atanude. Aloni nadira nga Musa bweyayogera, naduka nagenda wakati mu kibina; era, laba, kawumpuli ngatanude mu bantu: natekako obubane, natangirira
48 abantu. Naimirira wakati wabafu nabalamu; ka-
49 wumpuli naziizibwa. Nabo abafa kawumpuli bali kakumi mwenkumi nya mu lusanvu, obutasako abo abafa olwebigambo bya Kola. Aloni nadayo eri Musa ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu: kawumpuli naziizibwa.

17

MUKAMA nagamba Musa nti Gamba abana ba 1, 2
Isiraeri, obagyeko emigo, buli nyumba ya bakitabwe gumu, ku bakulu babwe bona ngenyumba za bakitabwe bweziri, emigo kumi nebiri: wandika erinya lya buli muntu ku mugogwe. Era onowandika erinya lya Aloni ku mugo gwa Levi: kubanga buli mutwe gwenyumba za bakitabwe omugo gunaba gumu. Era onogitereka mu wema eyokusisinkanirangamu mu maso gobujulizi, wensisinkanira namwe. Awo olunatuka, omuntu gwenalonda omugogwe gunaloka: nange namalawo gyendi okwemulugunya kwabana ba Isiraeri, kwebabemulugunyiza. Musa nagamba abana ba Isiraeri, 6
abakulu babwe bona nebamuwa emigo, buli mukulu gumu, ngenyumba za bakitabwe bweziri, gye migo kumi nebiri: nomugo gwa Aloni gwali mu migo gyabwe. Musa natereka emigo mu 7
maso ga Mukama mu wema eyobujulizi. Awo 8
olwatuka enkya Musa naingira mu wema eyobujulizi; era, laba, omugo gwa Aloni ogwomunyumba ya Levi nga gumeze neguloka negusansula negubala amalozi amengevu. Musa nafulumya 9
emigo gyona eri abana ba Isiraeri bona ngagigya mu maso ga Mukama: nebalaba, nebadira buli muntu omugogwe. Mukama nagamba Musa nti 10
'Zayo omugo gwa Aloni mu maso gobujulizi, okukumibwanga okuba akabonero eri abana bobujemu; omalewo okwemulugunya kwabwe kunze, baleme okufa. Musa bweyakola bwatyo: nga 11
Mukama bweyamulagira, bweyakola.

Abana ba Isiraeri nebagamba Musa nti Laba, 12
tuzikirira, tufude, fena tufude. Buli anasembe- 13
ranga, anasemberanga ku nyumba ya Mukama, anafanga: fena tulizikirira?

18

1 Mukama nagamba Aloni nti Gwe ne batabanibo
nenyumba ya bakitamwe wamu nawe munaba-
ngako obutali butukirivu bwawatukuvu: era gwe
ne batabanibo wamu nawe munabangako obutali
2 butukirivu bwobwakabona bwamwe. Ne baga-
ndabo nabo, ekika kya Levi, ekika kya kitawo,
basembeze wamu nawe, bagatibwe nawe, ba-
kuwerezenga: naye gwe ne batabanibo wamu
nawe munabanga mu maso gewema eyobuju-
3 lizi. Era banakumanga byewateresebwa, ne-
biteresebwa Ebyewema yona: kyoka tebase-
mbereranga bintu bya mu watukuvu nekyoto,
4 baleme okufa, bo newakubade mwe. Era ba-
ligatibwa nawe nebakuma ewema eyokusisinka-
nirangamu nga bwebateresebwa, olwokuwereza
kwona okwomu Wema: nomunagwanga tabase-
5 mbereranga. Era munakumanga awatukuvu nga
bwemwateresebwa, nekyoto nga bwemwateresе-
bwa: waleme okuba obusungu nate ku bana ba
6 Isiraeri. Nange, laba, nze nziye baganda bamwe
Abalevi mu bana ba Isiraeri: bo kirabo gyemuli,
ekiweredwa eri Mukama, okukolanga okuwereza
7 okwomuwema eyokusisinkanirangamu. Nawe ne
batabanibo wamu nawe munakumiranga obwaka-
bona bwamwe buli kintu ekyekyoto nebyo ebiri
munda wegigi; era munawerezanga: mbawa
obwakabona okuba okuwereza kwemuweredwa:
nomunagwanga anasemberanga anatibwanga.
8 Mukama nagamba Aloni nti Nange, laba, nze
nkuterese'za ebiwebwayo gyendi ebisitulibwa, ebi-
ntu byona ebyabana ba Isiraeri ebitukuzibwa,
gwe mbiwade olwokufukibwako amafuta, ne ba-
9 tabanibo, okuba ebanja enaku zona. Bino bye
binabanga ebibyo ku bintu ebitukuvu enyo, ebi-

nafikangawo ku muliro: buli kitone kyabwe, buli kyebawayo ekyobuta, na buli kyebawayo olwekibi, na buli kyebawayo olwomusango, byebanansasulanga, binabanga bitukuvu nyo, bibyo era bya batabanibo. Onolyangako ngebintu ebi- 10
tukuvu enyo: buli musaja analyangako; binabanga bitukuvu gyoli. Era bino bibyo: ekirabo 11
kyabwe kyebawayo ekisitulibwa, byona abana ba Isiraeri byebawayo ebiwubibwawubibwa: mbikuwade gwe ne batabanibo ne bawalabo wamu nawe, okuba ebanja enaku zona: buli muntu omulongofu ali mu nyumbayo analyangako. Ama- 12
futa gona agasinga obulungi ne zabibu zona ezisinga obulungi, ne ku ng'ano, ebiberyeberye kubyo byebanawanga Mukama, gwe mbiwade. Ebibala 13
ebinasokanga okwengera ku byona ebiri munsi yabwe, byebanaleteranga Mukama, binabanga bibyo; buli muntu omulongofu ali mu nyumbayo analyangako. Buli kintu ekinawongebwanga mu 14
Isiraeri kinabanga kikyo. Buli ekinagulanga enda, 15
ku byona ebirina omubiri byebawayo eri Mukama, obanga muntu obanga nsolo, binabanga bibyo: naye omuberyeberye womuntu tolemanga kununula, nemberyeberye zensolo ezitali nongofu ononunulanga. Nebyo ebinabanga ebyokununulibwa ku- 16
byo ebyakamaze omwezi ogumu ononunulanga, ngokubalakwo bwekunabanga, nomuwendo ogwa sekeri tano, nga sekeri eyomuwatukuvu bweri [eyo ze gera abiri]. Naye emberyeberye yente, 17
oba emberyeberye yendiga, oba emberyeberye yembuzi, tonunulanga; ezo ntukuvu: onomansiranga omusai gwazo ku kyoto, novokya amasavu gazo okuba ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, okuba evumbe edungi eri Mukama. Nenyama 18
yazo enebanga yiyo, ngekifuba ekiwubibwawubibwa era ngekisambi ekyadyo, enebanga yiyo. Byona ebisitulibwa ebiwebwayo ku bintu ebitu- 19
kuvu, abana ba Isiraeri byebawayo eri Mukama,

nkubiwade gwe ne batabanibo ne bawalabo wamu nawe, okuba ebanja enaku zona: ye ndagano eyomunyo eterigwawo mu maso ga Mukama eri gwe
20 neri ezaderyo awamu nawe. Mukama nagamba Aloni nti Toliba na busika munsi yabwe, so toliba na mugabo gwona mubo: nze mugabogwo nobusikabwo mu bana ba Isiraeri.
21 Era abana ba Levi, laba, mbawade ebitundu byona ebyekumi ebyomu Isiraeri okuba obusika, okuba empera yokuwereza kwabwe kwebawereza, kwe kuwereza okwomuwema eyokusisinkanirangamu.
22 Nokuva lero abana ba Isiraeri tebasembereranga wema ya kusisinkanirangamu, baleme okubako
23 ekibi nebafa. Naye Abalevi banakolanga okuwereza okwomuwema eyokusisinkanirangamu, nabo banabangako obutali butukirivu bwabwe: lino linabanga teka eritaligwawo mu mirembe gyamwe gyona, era mu bana ba Isiraeri tebabanga na busi-
24 ka. Kubanga ebitundu ebyekumi ebyabana ba Isiraeri, byebawayo okuba ekiwebwayo ekisitulibwa eri Mukama, byembawade Abalevi okuba obusika: kyenvude mbagamba nti Mu bana ba Isiraeri tebabanga na busika.
25, 26 Mukama nagamba Musa nti Era nate onoyogera Nabalevi nobagamba nti Bwemunasolozanga ku bana ba Isiraeri ebitundu ebyekumi byembawade kubo okuba obusika bwamwe, awo munawangayo kubyo ekiwebwayo ekisitulibwa eri Mukama, ekitundu ekyekumi ekyebitundu ebyeku-
27 mi. Era kyemuwayo ekisitulibwa kinabalibwanga gyemuli, ngemere enkalu eyomugūliro, era
28 ngebijula mu sogolero. Bwemutyo namwe munagyanga ku bitundu byamwe byona ebyekumi abana ba Isiraeri byebabawa, okuwayo ekiwebwayo ekisitulibwa eri Mukama; era munagyanga kubyo okumuwa Aloni kabona ekiwebwayo
29 ekya Mukama ekisitulibwa. Ku birabo byamwe byona kwemunagyanga buli ekiwebwayo ekya

Mukama ekisitulibwa, kwebyo byona ebisinga obulungi, kye kitundu kyabyo ekitukuzibwa kyemugya kubyo. Kyonova obagamba nti Bwe- 30
munasitulanga ebisinga obulungi kubyo, awo binabalibwanga eri Abalevi ngekyengera ekyomugūliro, era ngekyengera ekyomusogolero. Era 31
munabirīranga mu buli kifo, mwe nenyumba zamwe: kubanga ye mpera yamwe olwokuwereza kwamwe okwomuwema eyokusisinkanirangamu. So temubengako kibi olwebyo, bwemunamalanga 32
okusitula kubyo ebisinga obulungi kubyo: so temuvumisanga bintu bitukuvu bya bana ba Isiraeri, muleme okufa.

19

Mukama nagamba Musa ne Aloni nti Lino 1, 2
lye teka eryekiragiro Mukama kyeyalagira ngagamba nti Gamba abana ba Isiraeri bakuletere ente endusi eya lukunyu eteriko bala, eteriko bulema, etetekebwangako kikoligo: era munagiwanga 3
Ereazala kabona, naye anagifulumyanga ebweru wolusisira, nebagi'tira mu masoge: awo Ereazala 4
kabona anatolanga ku musai gwayo nengaloye, namansira ku musai gwayo okwolekera obwenyi bwewema eyokusisinkanirangamu emirundi musanvu: nebokera ente mu masoge; ediba lyayo 5
nenyama yayo nomusai gwayo wamu nobusa bwayo anabyokyanga: kabona nadira omuti omwerezi nezobu nolugoye olumyufu, nabisula wakati 6
ente weyokerwa. Awo kabona anayozanga engoyeze, nanaba omubirigwe mu ma'zi, nalyoka aingira mu lusisira, kabona naba atali mulongofu 7
okutusa akawungezi. Noyo anagyokyanga anayozanga engoyeze mu ma'zi, nanaba omubirigwe mu ma'zi, naba atali mulongofu okutusa akawungezi. 8
Nomuntu omulongofu anayolanga evu lyente, 9
nalitereka ebweru wolusisira mu kifo ekiro-

ngofu, era linakumirwanga ekibina kyabana ba Isiraeri okuba ama'zi agokwawula: ekyo kye ki-
10 webwayo olwekibi. Noyo anayolanga evu lyente anayozanga engoyeze, naba atali mulongofu okutusa akawungezi: era linabanga eri abana ba Isiraeri neri omugenyi atula mubo eteka eritaligwawo.
11 Anakomanga ku mulambo gwomuntu yena anaba-
12 nga atali mulongofu enaku musanvu: oyo aneerongosanga nago ku lunaku olwokusatu, ne ku lunaku olwomusanvu anabanga mulongofu: naye bwanalemanga okwerongosa ku lunaku olwokusatu, awo ku lunaku olwomusanvu tabenga mulo-
13 ngofu. Buli anakomanga ku mulambo gwomuntu yena afude, naterongosa, ngayonona enyumba ya Mukama; nobulamu obwo bunazikirizibwanga mu Isiraeri: kubanga teyamansirwako ma'zi ga kwawula, anabanga atali mulongofu; obutali bu-
14 longofubwe nga bukyali kuye. Lino lye teka omuntu bwanafiranga mu wema: buli anaingiranga mu wema na buli anabanga mu wema, anaba-
15 nga atali mulongofu enaku musanvu. Na buli kintu ekyasamiride, ekitaliko kisanikizo ekisibi-
16 bwa kukyo, si kirongofu. Na buli anakomanga ku tale ebweru ku muntu eyatibwa nekitala oba ku mulambo oba ku gumba lyomuntu oba ku malalo anabanga atali mulongofu enaku musanvu.
17 Nolwatali mulongofu banatolanga ku'vu eryekiwebwayo olwekibi ekyokebwa, nebafukako ama'zi
18 agakulukuta mu kibya: nomuntu omulongofu anadiranga ezobu, naginyika mu ma'zi, nagamansira ku wema, ne ku bintu byona, ne ku bantu abālimu, ne kwoyo eyakoma ku gumba oba kwoyo eyatibwa oba ku mufu oba
19 ku malalo: nomulongofu oyo anamansiranga kwatali mulongofu ku lunaku olwokusatu ne ku lunaku olwomusanvu: ne ku lunaku olwomusanvu anamulongosanga; awo anayozanga engoyeze, nanaba mu ma'zi, naba mulongofu aka-

wungezi. Naye omuntu anabanga atali mulongofu naterongosa, obulamu obwo bunazikirizibwanga wakati mu kibina, kubanga ayononye awatukuvu wa Mukama: ama'zi agokwawula tegamansidwa kuye; si mulongofu. Era linabanga teka gyebali eritaligwawo: noyo anamansiranga ama'zi agokwawula anayozanga engoyeze; noyo anakomanga ku ma'zi agokwawula anabanga atali mulongofu okutusa akawungezi. Na buli kintu atali mulongofu kyanakomangako kinabanga ekitali kirongofu; nobulamu obunakikomangako bunabanga obutali bulongofu okutusa akawungezi.

20

Awo abana ba Isiraeri, ekibina kyona, nebatuka mu lukola lwa Zini mu mwezi ogwoluberyeberye: abantu nebatula mu Kadesi; Miryamu nafira eyo nazikibwa eyo. Newataba ma'zi ga kibina: nebekung'anyiza ku Musa ne ku Aloni. Abantu nebawakana ne Musa nebogera nti Singa twafa baganda bafe bwebafira mu maso ga Mukama! Era mwaletera ki ekibina kya Mukama mu lukola muno, tufire omwo, fe nebisibo byafe? Era mwatugyira ki mu Misiri okutulinyisa okutuingiza mu kifo kino ekibi? si kifo kya nsigo, so si kya tini, so si kya mizabibu, so si kya mikomamawanga; so tewali ma'zi ga kunywa. Musa ne Aloni nebava mu maso gekibina nebagenda ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu, nebavunama amaso gabwe: ekitibwa kya Mukama nekibalabikira. Mukama nagamba Musa nti Dira omugo ogwo, okung'anye ekibina, gwe ne Aloni mugandawo, mugambire olwazi mu maso gabwe, lulete ama'zi galwo; era onobagyira ama'zi mu lwazi: bwotyo bwononywesa ekibina nebisibo byabwe. Musa nadira omugo ngagugya mu maso ga Mukama, nga bweyamulagira. Musa ne Aloni nebakung'anyiza

ekibina mu maso golwazi, nabagamba nti Muwulire no, mwe abajemu; fe tunabagyira ama'zi mu
11 lwazi muno? Musa naimusa omukonogwe, nakuba olwazi nomugogwe emirundi ebiri: ama'zi mangi negavamu, ekibina nebanywa nebisibo bya-
12 bwe. Mukama nagamba Musa ne Aloni nti Kubanga temunzikiri'za, okuntukuza mu maso gabana ba Isiraeri, kyemuliva mulema okuingiza ekibina
13 kino munsi gyembawade. Ago ge ma'zi Agemeriba; kubanga abana ba Isiraeri bawakana ne Mukama, natukuzibwa mubo.
14 Musa natuma ababaka ngaima Ekadesi eri kabaka Wedomu, nti Bwatyo bwayogera Isiraeri mu-
15 gandawo, nti Omanyi enaku zona ezatubako: bakitafe bwebaserengeta mu Misiri, netumala mu Misiri ebiro bingi; Abamisiri nebatukola bubi ne
16 bakitafe: awo bwetwakabira Mukama, nawulira edobozi lyafe, natuma malaika, natugya mu Misiri: era, laba, tuli mu Kadesi, ekibuga ekiri ku nsalo-
17 yo enkomerero: katuite, nkwegairide, munsiyo: tetuliita mu nimiro newakubade mu lusuku lwemizabibu, so tetulinywa ku ma'zi agomunzi'zi: tunatambuliranga mu lugudo lwa kabaka, tetulikyamira ku mukono ogwadyo, newakubade ogwa
18 kono, okutusa lwetuliita ku nsaloyo. Edomu namugamba nti Toliita munze, neme okukutaba-
19 la nekitala. Abana ba Isiraeri nebamugamba nti Tulirinyira mu lugudo: bwetunanywanga ku ma'zigo, nze nebisibo byange, awo nawanga omu-
20 wendo gwago: kampitemu buisi nebigere. Nagamba nti Toliitamu. Edomu namutabala negye
21 lingi, nomukono ogwamanyi. Bwatyo Edomu nagana okuisa Isiraeri mu nsafoye: Isiraeri kyeyava akyuka okuva gyali.
22 Nebasitula Ekadesi nebatambula: abana ba Isiraeri, ekibina kyona, nebatuka ku lusozi Kola.
23 Mukama nagambira Musa ne Aloni ku lusozi Kola, ku nsalo yensi ya Edomu, ngayogera nti

Aloni anakung'anyizibwa eri abantube: kubanga taliingira munsi gyembawade abana ba Isiraeri, kubanga mwajemera ekigambo kyange ku ma'zi Agemeriba. Twala Aloni ne Ereazala mutabaniwe, obalinyise ku lusozi Kola: Aloni omwambuleko ebyambalobye, obimwambaze Ereazala mutabaniwe: awo Aloni anakung'anyizibwa (eri abantube), era anafira eyo. Musa nakola nga Mukama bweyalagira: nebalinya ku lusozi Kola mu maso gekibina kyona. Musa namwambula Aloni ebyambalobye, namubyambaza Ereazala mutabaniwe; Aloni nafira eyo ku ntiko yolusozi: Musa ne Ereazala nebaserengeta nebava ku lusozi. Awo ekibina kyona bwebalaba nga Aloni afude, nebamala enaku asatu nga bakabira Aloni, enyumba ya Isiraeri yona.

24 25 26 27 28 29

21

Nomukanani, kabaka Weyalada, eyatula mu bukika obwadyo, nawulira nga Isiraeri aja mu kubo lya Asalimu; nalwana ne Isiraeri nawamba abamu kubo. Isiraeri neyeyama obweyamo eri Mukama, nagamba nti Bwonogabulira dala abantu bano mu mukono gwange, ndizikiririza dala ebibuga byabwe. Mukama nawulira edobozi lya Isiraeri, nagabula Abakanani; nebabazikiririza dala bo nebibuga byabwe: ekifo neritumibwa erinya lyakyo Kolima.

1 2 3

Nebasitula okuva ku lusozi Kola nebagenda mu kubo Eryenyanja Emyufu, okwetolola ensi ya Edomu: obulamu bwabantu nebukeng'entererwa nyo olwolugendo. Abantu nebogera bubi ku Katonda ne ku Musa, nti Mwatugyira ki mu Misiri okutulinyisa okufira mu lukola? kubanga tewali kya kulya, so tewali ma'zi; nobulamu bwafe butamidwa ekyokulya kino ekyangu. Mukama nasi-

4 5 6

ndikira abantu emisota egyomuliro, negiruma abantu; abantu bangi nebafa ku Isiraeri. Abantu nebaja eri Musa nebagamba nti Twononye kubanga twayogera obubi ku Mukama ne kugwe; saba Mukama atugyeko emisota. Musa nasabira abantu. Mukama nagamba Musa nti Wekolere omusota ogwomuliro, oguteke ku mulongoti: awo olunatuka, buli alumidwa bwanagulaba, anaba mulamu. Musa nakola omusota ogwekikomo, naguteka ku mulongoti: awo olwatuka omusota bwegwali gulumye omuntu yena, bweyatunulira omusota ogwekikomo, naba mulamu. Abana ba Isiraeri nebatambula nebasisira mu Obosi. Nebasitula Eyobosi nebatambula nebasisira mu Iye-abalimu, mu lukola olwolekera Moabu, ku luwi olwebuvanjuba. Nebavayo, nebatambula, nebasisira mu kiwonvu kya Zereda. Nebavayo nebatambula nebasisira emitala wa Alinoni, oguli mu lukola, ogusibuka mu nsalo Yabamoli: kubanga Alinoni ye nsalo ya Moabu, wakati wa Moabu Nabamoli. Kyekyava kyogerwa mu kitabo Ekyentalo za Mukama nti

Vakebu mu Sufa
Nebiwonvu bya Alinoni,
Nebi'ko ebyebiwonvu
Ebiserengetera eri enyumba za Ala,
Era ebyesigama ku nsalo ya Moabu.

Nebavayo (nebatambula) nebagenda Ebeeri: olwo lwe lu'zi Mukama lweyabulirako Musa nti Kung'anya abantu, nange nabawa ama'zi.

Isiraeri nalyoka aimba oluimba luno:

Wesere, gwe olu'zi; muluimbire:
Olu'zi abakulu lwebāsinfa,
Abakungu babantu lwebayerula,
Nomugo ogwobwakabaka, nemigo gyabwe.

Nebava mu lukola (nebatambula) nebagenda Ematana: nebasitula Ematana nebagenda Enakalieri: nebasitula Enakalieri nebagenda Ebamosi:

nebasitula Ebamosi nebagenda mu kiwonvu ekiri 20
ku tale lya Moabu, ku ntiko ya Pisiga, kwoima
okulengera edungu.

Isiraeri natuma ababaka eri Sikoni kabaka 21
Wabamoli ngayogera nti Kampite munsiyo: tetu- 22
likyamira mu nimiro newakubade mu lusuku lwe-
mizabibu; tetulinywa ku ma'zi ga nzi'zi: tulita-
mbulira mu lugudo lwa kabaka, okutusa lwetuliita
mu nsaloyo. Sikoni nataganya Isiraeri kuita mu 23
nsaloye: naye Sikoni nakung'anya abantube bona,
natabala Isiraeri mu lukola, natuka Eyakazi: na-
lwana ne Isiraeri. Isiraeri namukuba nobwogi 24
bwekitala, nalya ensiye okuva ku Alinoni okutuka
ku Yaboka, okutuka ku bana ba Amoni: kuba-
nga ensalo eyabana ba Amoni yali ya mānyi.
Isiraeri nalya ebibuga ebyo byona: Isiraeri na- 25
tula mu bibuga byona Ebyabamoli, mu Keseb-
oni ne mu bibuga byakyo byona. Kubanga Kese- 26
boni kyali kibuga kya Sikoni kabaka Wabamoli,
eyalwana ne kabaka wa Moabu eyasoka, nagya
mu mukonogwe ensiye yona, okutuka ku Alinoni.
Abogerera mu ngero kyebava bogera nti 27
Muje Ekeseboni,
Ekibuga kya Sikoni kizimbibwe kinyuwezebwe:
Kubanga omuliro gufulumye mu Keseboni, 28
Enimi zomuliro mu kibuga kya Sikoni:
Gwoke'za Ala ekya Moabu,
Abakungu abebifo ebigulumivu ebya Alinoni.
Zikusanze, Moabu! 29
Mufude, mwe abantu ba Kemosi:
Agabude batabanibe okuba abaduse,
Ne bawalabe okuba abasibe,
Eri Sikoni kabaka Wabamoli.
Twabasimbako; Keseboni kyazikirira oku- 30
tuka ku Diboni,
Era twazisa okutuka ku Nofa,
Ekituka ku Medeba.

31, 32 Isiraeri natula bwatyo munsi Yabamoli. Musa
natuma okuketa Yazera, nebalya ebibuga byayo,
33 nebagobamu Abamoli abāli eyo. Nebakyuka
nebambukira mu kubo Lyebasani: Oga kabaka
Webasani nabatabala, ye nabantube bona oku-
34 lwanira nabo Ederei. Mukama nagamba Musa
nti Tomutya: kubanga 'mugabude mu muko-
nogwo, nabantube bona, nensiye; era olimukola
nga bwewakola Sikoni kabaka Wabamoli, eyatu-
35 langa Ekeseboni. Awo nebamuta ne batabanibe,
nabantube bona, newatamusigalira nomu: nebalya
22 ensiye. Abana ba Isiraeri nebatambula nebasi-
sira mu nsenyi za Moabu emitala wa Yolidani
Eyeriko.
2 Awo Balaka mutabani wa Zipola nalaba byona
3 Isiraeri byeyali akoze Abamoli. Moabu natya
nyo abantu, kubanga bangi: Moabu nakeng'ente-
4 rerwa olwabana ba Isiraeri. Moabu nagamba
abakade ba Midiani nti Kakano ekibina kino ki-
genda kukombera dala byona ebitwetolode, nge-
nte bwekomba omudo ogwokutale. Era Balaka
mutabani wa Zipola ye yali kabaka wa Moabu
5 mu biro ebyo. Natuma ababaka eri Balamu mu-
tabani wa Beola, Epesola, ekiri ku lubalama Lwo-
muga, munsi yabana babantube, okumuita ngayo-
gera nti Laba, waliwo abantu abāva mu Misiri:
laba, basanikide ku maso gensi, era batude oku-
6 njolekera: kale no jangu, nkwegairide, onkolimi-
rire abantu bano: kubanga banyinze amānyi:
mpo'zi ndiwangula, tuba'te, mbagobe munsi: ku-
banga manyi nga gwosabira gwe omukisa awebwa
7 omukisa, ne gwokolimira akolimirwa. Abakade
ba Moabu nabakade ba Midiani nebegendera nga
balina omukemba mu ngalo zabwe; nebaja eri
Balamu, nebamubulira ebigambo bya Balaka.
8 Nabagamba nti Musule wano ekiro kino, nange
ndibadiza ebigambo nga Mukama bwanang'amba:
9 abakulu ba Moabu nebabera ewa Balamu. Kato-

nda naja eri Balamu nagamba nti Bantu ki bano abali nawe? Balamu nagamba Katonda nti Ba- 10
laka mutabani wa Zipola kabaka wa Moabu, ya-
ntumira ngayogera nti Laba, abantu abāva mu 11
Misiri basanikide ku maso gensi: jangu no, oba-
nkolimirire; mpo'zi ndiinza okulwana nabo, ne-
mbagoba. Katonda nagamba Balamu nti Togenda 12
nabo; tokolimira bantu abo: kubanga baweredwa
omukisa. Balamu nagolokoka enkya, nagamba 13
abakulu ba Balaka nti Mwegendere munsi ya-
mwe: kubanga Mukama aganyi okundagira oku-
genda namwe. Abakulu ba Moabu nebagolokoka, 14
nebadayo eri Balaka, nebagamba nti Balamu aga-
nyi okuja nafe. Balaka neyeyongera nate okutu- 15
ma abakulu, abāsinga abo obungi era abābasinga
nekitibwa. Nebaja eri Balamu nebamugamba 16
nti Bwatyo bwayogera Balaka mutabani wa Zi-
pola nti Waleme okubawo ekintu, nkwegairide,
ekinakuziiza okuja gyendi: kubanga ndikukuza 17
nobera nekitibwa kinene nyo, na buli kyoling'a-
mba ndikikola: kale jangu, nkwegairide, onkoli-
mirire abantu bano. Balamu nadamu nagamba 18
abadu ba Balaka nti Balaka bwalimpa enyumba-
ye ngejude efeza ne zabu, siinza kuita ku kigambo
kya Mukama Katonda wange, okukendezako oba
okusukiriza. Kale no, mbegairide, namwe mu- 19
sule wano ekiro kino, ndyoke manye Mukama
kyaneyongera okumbulira. Katonda naja eri 20
Balamu ekiro, namugamba nti Abantu abo oba-
nga ba'ze okukuita, golokoka ogende nabo; naye
ekigambo kyoka kyenkubulira kyoba okola. Ba- 21
lamu nagolokoka enkya nateka amatandiko ku
ndogoiye, nagenda nabakulu ba Moabu. Obusu- 22
ngu bwa Katonda nebwaka kubanga yagenda:
malaika wa Mukama naimirira mu kubo okumu-
ziiza. Era yali yebagade ku ndogoiye, nabadube
bombi bāli naye. Endogoi neraba malaika wa 23
Mukama ngaimiride mu kubo, ekitalakye nga ki-

sowodwa nga kiri mu ngaloze: endogoi nekyama okuva mu kubo, negenda ku nsiko: Balamu na-
24 kuba endogoi okugi'za mu kubo. Malaika wa Mukama nalyoka aimirira mu kubo eryomukiwonvu eriri wakati wensuku zemizabibu olukomera nga luli ku luwi, nolukomera ku luwi.
25 Endogoi neraba malaika wa Mukama, neyenyigiriza ku lukomera, nebetenta ekigere kya Balamu
26 ku lukomera: nagikuba nate. Malaika wa Mukama neyeyongera okusembera eyo, naimirira mu kubo eryakanyigo, awatali banga lya kukyukira ku mukono ogwadyo newakubade ogwakono.
27 Endogoi neraba malaika wa Mukama, negalamira wansi wa Balamu: obusungu bwa Balamu nebwa-
28 ka, nakuba endogoi nomugogwe. Mukama nayasamya akamwa kendogoi, negamba Balamu nti Nkukoze ki gwe okunkuba emirundi gino gyonsa-
29 tule? Balamu nagamba endogoi nti Kubanga ondulide: singa mbade nekitala kakano mu ngalo
30 zange, kubanga kakano nandiku'se. Endogoi negamba Balamu nti Siri ndogoiyo, gyewebagalako obulamubwo bwona okutusa lero? nali mpisi'za
31 okukukola bwentyo? Nagamba nti Neda. Awo Mukama nalyoka azibula amaso ga Balamu, nalaba malaika wa Mukama ngaimiride mu kubo, ekitalakye nga kisowodwa nga kiri mu ngaloze:
32 nakutama omutwegwe, navunama amasoge. Malaika wa Mukama namugamba nti Okubide ki endogoiyo emirundi gino gyonsatule? laba, nfulumye okukuziiza, kubanga okutambulakwo ku-
33 kakanyavu mu maso gange. Endogoi nendaba nekyuka mu maso gange emirundi gino gyonsatule: singa tekyuse mu maso gange, kakano sandiremye kuku'ta gwe, nayo nengiwonya okufa.
34 Balamu nagamba malaika wa Mukama nti Nyononye; kubanga samanyi ngoimiride mu kubo okunziiza: kale kakano, obanga kikunyiza, nada-
35 yo nate. Malaika wa Mukama nagamba Balamu

nti Genda nabantu abo: naye ekigambo kyoka
kyenakubulira kyoba oyogera. Awo Balamu na-
genda nabakulu ba Balaka. Awo Balaka bweya- 36
wulira nga Balamu a'ze, nafuluma okumusisinka-
na ku Kibuga kya Moabu, ekiri ku nsalo ya Ali-
noni, oguli ku nkomerero yensalo. Balaka naga- 37
mba Balamu nti Sakutumira okukuita nenkutai-
rira? ekyakulobera okuja gendi ki? siinza dala
kukukuza nobera nekitibwa? Balamu nagamba 38
Balaka nti Laba, nzi'ze gyoli: kakano nina obu-
inza bwona okwogera ekigambo kyona? ekigambo
Katonda kyanateka mu kamwa kange, ekyo kye-
nayogera. Balamu nagenda ne Balaka, nebaja 39
Ekiriasikuzosi. Balaka nawayo ente nendiga, 40
natumira Balamu nabakulu abāli naye. Awo 41
olwatuka enkya, Balaka natwala Balamu, namu-
linyisa ku bifo ebigulumivu ebya Baali, naima
eyo okulengera enkomerero yabantu. Balamu **23**
nagamba Balaka nti Nzimbira wano ebyoto mu-
sanvu, ontegekere wano ente musanvu nendiga
enume musanvu. Balaka nakola nga Balamu 2
bweyayogera; Balaka ne Balamu nebawerayo ku
buli kyoto ente nendiga enume. Balamu naga- 3
mba Balaka nti Imirira awali ekyokebwa kyowa-
yo, nange nagenda; mpo'zi Mukama anaja okusi-
sinkana nange: era buli kyanandaga nakukibulira.
Nagenda ku lusozi aweru. Katonda nasisinkana 4
ne Balamu: namugamba nti Ntegese ebyoto omu-
sanvu, era mperedeyo ente nendiga enume ku
buli kyoto. Mukama nateka ekigambo mu ka- 5
mwa ka Balamu, nagamba nti Dayo eri Balaka,
era bwotyo bwonoyogera. Nadayo eri ye, era 6
yali aimiride awali ekyokebwa kyeyawayo, ye
nabakulu bona aba Moabu. Nagera olugerolwe, 7
nayogera nti

Balaka yanziya mu Alamu,
Kabaka wa Moabu (yanziya) mu nsozi Eze-
buvanjuba:

Jangu, onkolimirire Yakobo,
Era jangu, osomoze Isiraeri.
8 Nakolimira ntya oyo Katonda gwatakolimiranga?
Nasomoza ntya oyo Katonda gwatasomozanga?
9 Kubanga nyima ku ntiko yamainja okumulaba,
Ne ku nsozi okumulengera:
Laba, be bantu ababera boka,
So tebalibalibwa mu mawanga.
10 Ani ainza okubala enfufu ya Yakobo,
Oba okubala ekitundu ekyokuna ekya Isiraeri?
Nfe ngomutukirivu bwafa,
Nenkomerero yange eyoluvanyuma ebe ngeyiye!
11 Balaka nagamba Balamu nti Onkoze ki? Nkutute okukolimira abalabe bange, era, laba, obasa-
12 biride dala omukisa. Nadamu nagamba nti Teking'wanira kwekuma kwogera ekyo Mukama
13 kyateka mu kamwa kange? Balaka namugamba nti Jangu nange, nkwegairide, mu kifo ekirala, wonoinza okuima okubalengera; onolaba ekitundu kyabwe ekyenkomerero kyoka, notobalaba
14 bona: noima eyo okubankolimirira. Namutwala mu tale lya Zofimu, ku ntiko ya Pisiga, nazimba ebyoto musanvu, nawerayo ente nendiga
15 enume ku buli kyoto. Nagamba Balaka nti Imirira wano awali ekyokebwa kyowayo, nze nga
16 bwenasisinkana ne Mukama eyo. Mukama nasisinkana ne Balamu, nateka ekigambo mu kamwake, nagamba nti Dayo eri Balaka, era bwonoyo-
17 gera bwotyo. Naja gyali, era, laba, yali aimiride awali ekyokebwa kyeyawayo, nabakulu ba Moabu wamu naye. Balaka namugamba nti Mukama
18 ayogede ki? Nagera olugerolwe nayogera nti
Golokoka, Balaka, owulire;

Ntegera okutu, gwe mutabani wa Zipola:
Katonda si muntu, okulimba;
So si mwana wa muntu, okwejusa:
Ayogede, nokukola talikikola?
Oba agambye, nokutusa talikitusa?
Laba, ndagidwa okuwa omukisa:
Naye awade omukisa, nange siinza kugujulula.
Talabye butali butukirivu ku Yakobo,
So talabye bubambāvu ku Isiraeri:
Mukama Katondawe ali naye,
Nokwogerera wagulu okwa kabaka kuli mubo.
Katonda abagya mu Misiri;
Alina amānyi ngagembogo.
Mazima tewali dogo awali Yakobo,
So tewali bulaguzi awali Isiraeri:
Kakano kinayogerwanga ku Yakobo ne ku Isiraeri,
Nti Katonda ngakoze!
Laba, abantu bagolokoka ngempologoma enkazi,
Era beimusa ngempologoma enume:
Tagalamire okutusa lwanalya ku mui'go,
Nanywa omusai gwabo abatidwa.

Awo Balaka nagamba Balamu nti Tobakolimiranga nakatono, so nomukisa tobasabiranga mukisa nakatono. Naye Balamu nadamu nagamba Balaka nti Sakubulira nti Byona Mukama byayogera, ebyo king'wanira okubikola? Balaka nagamba Balamu nti Jangu 'no, nakutwala awalala; mpo'zi Katonda anasima gwe okuima eyo okubankolimirira. Awo Balaka nalinyisa Balamu ku ntiko ya Peola, kwoima okulengera edungu. Balamu nagamba Balaka nti Nzimbira wano ebyoto musanvu, ontegekere wano ente musanvu nendiga enume musanvu. Balaka nakola nga

Balamu bweyayogera, nawerayo ku buli kyoto ente nendiga enume.

24

1 Awo Balamu bweyalaba nga Mukama asimye okuwa Isiraeri omukisa, natagenda, ngolulala, okunonya edogo, naye nayolekeza amasoge oluko-
2 la. Balamu naimusa amasoge, nalaba Isiraeri nga batude ngebika byabwe bwebyali; omwoyo
3 gwa Katonda negumujako. Nagera olugerolwe, nayogera nti

Balamu, mutabani wa Beola, ayogera,
Era omusaja eyazibwa amaso ayogera:
4 Ayogera oyo awulira ebigambo bya Katonda,
Alaba okwolesebwa Kwomuinza webintu byona,
Ngagwa wansi, namasoge nga gatunula:
5 Nti Ewemazo nga nungi, gwe Yakobo,
Enyumbazo, gwe Isiraeri!
6 Zeyalīride ngebiwonvu,
Ngensuku eziri ku lubalama lwomuga,
Ngemiti egyomugavu Mukama gyeyasimba,
Ngemiti emyerezi egiri ku lubalama lwama'zi.
7 Ama'zi ganakulukutanga okuva mu nsuwaze,
Nensigoze zinabanga awali ama'zi amangi,
Ne kabakawe alisinga Agaga obugulumivu,
Nobwakabakabwe buligulumizibwa.
8 Katonda amugya mu Misiri;
Alina amanyi ngagembogo.
Alirīra dala amawanga abalabebe,
Era alimenyamenya amagumba gabwe,
Nabakuba okubafumita nobusalebwe.
9 Yabwama, yagalamira ngempologoma enume,
Era ngempologoma enkazi; ani anamusa-'gula?

Awebwenga omukisa buli anakusabiranga
omukisa,
Era akolimirwenga buli anakukolimiranga.
Awo obusungu bwa Balaka nebwaka ku Balamu, 10
nakuba mu ngalo: Balaka nagamba Balamu nti
Nakuita okukolimira abalabe bange, era, laba,
obasabiride dala omukisa emirundi gino gyonsa-
tule. Kale no wedukire ewuwo: mbade njagala 11
okukukuza nobera nekitibwa kingi nyo; naye, laba,
Mukama akuziizi'za obutaba na kitibwa. Balamu 12
nagamba Balaka nti Era sagamba na babakabo
bewantumira nti Balaka bwalyagala okumpa 13
enyumbaye ngejude efeza nezabu, siinza kuita ku
kigambo kya Mukama, okukola ebirungi newaku-
bade ebibi, nga nyima mu magezi gange nze; Mu-
kama kyanayogera (nange) kyenayogera? Era 14
kakano, laba, ng'enda eri abantu bange: jangu
nkutegeze abantu bano byebalikola abantu bo mu
naku ezoluvanyuma. Nagera olugerolwe, nayogera 15
nti

Balamu mutabani wa Beola ayogera,
Era omusaja eyazibwa amaso ayogera:
Oyo ayogera awulira ebigambo bya Katonda, 16
Era amanyi okumanya kwoyo ali waguluenyo,
Alaba okwolesebwa Kwomuinza webintu byo-
na,
Ngagwa wansi, namasoge nga gatunula:
Nti 'Mulaba, naye si kakano: 17
'Mutunulira, naye tandi kumpi:
Muliva emunyenye mu Yakobo,
Nomu'go ogwobwakabaka guliimuka mu Isi-
raeri,
Gulikubira dala ensonda za Moabu,
Gulimenyera dala abana bona aboluyogano.
Awo Edomu aliba butaka, 18
Era ne Seira aliba butaka, (abāli) abalabebe;
Isiraeri ngakola ebyobuzira.
Era muliva mu Yakobo omu aliba nokufuga, 19

Alizikiriza abalifikawo mu kibuga.
20 Natunulira Amaleka, nagera olugerolwe nayogera nti
Amaleka yali wa luberyeberye mu mawanga;
Naye enkomereroye eyoluvanyuma eritukamu kuzikirira.
21 Natunulira Omukeni, nagera olugerolwe nayogera nti
Ekifokyo ekyokutulamu kya mānyi,
Nekisukyo kyatekebwa ku lwazi.
22 Naye Kaini alinyagibwa,
Okutusa Asuli lwalikutwala mu busibe.
23 Nagera olugerolwe, nayogera nti
Zitusanze, ani aliba omulamu Katonda bwalikola kino?
24 Naye amato galiva ku tale Lyekitimu,
Galibonereza Asuli, galibonereza ne Ebera,
Era naye alituka mu kuzikirira.
25 Balamu nagolokoka, nagenda nadayo mu kifokye: ne Balaka neyegendera.

25

1 Isiraeri nabera Esitimu, abantu nebatanula
2 okwenda ku bawala ba Moabu: kubanga bāitanga abantu okuja ku sadaka za bakatonda babwe;
3 abantu nebalya nebavunamira bakatonda babwe.
4 Isiraeri neyegata ne Baalipeola: obusungu bwa Mukama nebwaka ku Isiraeri. Mukama nagamba Musa nti Twala abakulu babantu bona, obawanikire Mukama mu maso genjuba, ekiruwi
5 kya Mukama kikyuke kive ku Isiraeri. Musa nagamba abalamuzi ba Isiraeri nti Mu'te buli
6 muntu abasajabe abegase ne Baalipeola. Era, laba, omu ku bana ba Isiraeri naja naletera bagandabe omukazi Omumidiani mu maso ga Musa ne mu maso gekibina kyona ekyabana ba Isiraeri, bwe-

bāli nga bakabira amaziga ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Awo Finekasi mutabani wa Ereazala mutabani wa Aloni kabona bweyakiraba, nagolokoka wakati mu kibina, nadira efumu mu mukonogwe; nagoberera omusaja Omuisiraeri mu kayumba, nabafumitira dala bombi, omusaja Omusiraeri nomukazi mu lubutolwe. Awo kawumpuli naziizibwa bwatyo ku bana ba Isiraeri. Nabo abafa kawumpuli bāli obukumi bubiri mwenkumi nya.

Mukama nagamba Musa nti Finekasi mutabani wa Ereazala mutabani wa Aloni kabona akyusi'za obusungu bwange okuva ku bana ba Isiraeri, kubanga akwatidwa obugya bwange mubo, nokuzikiriza nesizikiriza bana ba Isiraeri mu bugya bwange. Kyonova ogamba nti Laba, 'muwa endagano yange eyemirembe: era enebanga gyali, neri ezaderye eririmudirira, endagano eyobwakabona obutaligwawo; kubanga yakwatibwa obugya olwa Katondawe, natangirira abana ba Isiraeri. Era omusaja Omuisiraeri eyatibwa, eyatirwa awamu nomukazi Omumidiani, erinyalye Zimiri, mutabani wa Salu, omukulu wenyumba ya bakitabwe mu Basimeoni. Nomukazi Omumidiani eyatibwa, erinyalye Kozebi muwala wa Zula; oyo yali mutwe gwabantu abomunyumba ya bakitabwe mu Midiani.

Mukama nagamba Musa nti Beralikirize Abamidiani oba'te: kubanga baberalikiriza nenkwe zabwe, zebāsala nebabasendasenda mu bigambo bya Peola ne mu bigambo bya Kozebi, muwala womukulu wa Midiani, mwanyinabwe, eyatibwa ku lunaku olwa kawumpuli olwebigambo bya Peola.

7 8 9 10, 11 12 13 14 15 16, 17 18

26

1 Awo olwatuka kawumpuli ngawede, Mukama
nagamba Musa ne Ereazala mutabani wa Aloni
2 kabona nti Bala omuwendo gwekibina kyona
ekyabana ba Isiraeri, abakamaze emyaka abiri
nokukirawo, ngenyumba za bakitabwe bweziri,
3 bona abainza okutabala mu Isiraeri. Musa ne
Ereazala kabona nebabagambira mu nsenyi za
4 Moabu ku Yolidani Eyeriko nti (Mubale omuwendo gwabantu), abakamaze emyaka abiri nokukirawo; nga Mukama bweyalagira Musa nabana ba Isiraeri, abava munsi Yemisiri.

5 Leubeni omuberyeberye wa Isiraeri: batabani
ba Leubeni; (okuva ku) Kanoka, oluganda Olwabakanoka: okuva ku Palu, oluganda Olwabapa-
6 lu: okuva ku Kezeroni, oluganda Olwabakezeroni:
7 okuva ku Kalami, oluganda Olwabakalami. Ezo ze ng'anda Ezabaleubeni: nabo ababalibwa kubo bāli obukumi buna mwenkumi satu mu lusanvu
8, 9 mwasatu. Ne batabani ba Palu; Eriabu. Ne batabani ba Eriabu; Nemueri ne Dasani ne Abiramu. Abo ye Dasani ne Abiramu abo, abālondebwa ekibina, abāwakana ne Musa ne Aloni mu kibina kya Kola, bwebāwakana ne Mukama:
10 ensi neyasama akamwa kayo, nebamira wamu ne
Kola, ekibina ekyo bwekyafa; mu biro ebyo omuliro bwegwayokya abasaja ebikumi bibiri
11 mwatano, nebafuka kabonero. Naye batabani ba Kola tebafa.

12 Batabani ba Simeoni ngenʼg'anda zabwe bwezali:
okuva ku Nemueri, oluganda Olwabanemueri: okuva ku Yamini, oluganda Olwabayamini: okuva
13 ku Yakini, oluganda Olwabayakini: okuva ku
Zera, oluganda Olwabazera: okuva ku Sauli,
14 oluganda Olwabasauli. Ezo ze ng'anda Eza-

basimeoni, obukumi bubiri mwenkumi biri mu bibiri.

Batabani ba Gada ngeng'anda zabwe bwezali: okuva ku Zefoni, oluganda Olwabazefoni: okuva ku Kagi, oluganda Olwabakagi: okuva ku Suni, oluganda Olwabasuni: okuva ku Ozeni, oluganda Olwabozeni: okuva ku Eri, oluganda Olwaberi: okuva ku Aloda, oluganda Olwabaloda: okuva ku Aleri, oluganda Olwabaleri: ezo ze ng'anda eza batabani ba Gada ngabo ababalibwa kubo bwebāli, obukumi buna mu bitano.

Batabani ba Yuda, Era ne Onani: Era ne Onani nebafira munsi ya Kanani. Ne batabani ba Yuda ngeng'anda zabwe bwezāli bano; okuva ku Sera, oluganda Olwabasera: okuva ku Perezi, oluganda Olwabaperezi: okuva ku Zera, oluganda Olwabazera. Ne batabani ba Perezi bano; okuva ku Kezeroni, oluganda Olwabakezeroni: okuva ku Kamuli, oluganda Olwabakamuli. Ezo ze ng'anda za Yuda ngabo ababalibwa kubo bwebāli, obukumi musanvu mu kakaga mu bitano.

Batabani ba Isakali ngeng'anda zabwe bwezali: (okuva ku) Tola, oluganda Olwabatola: okuva ku Puva, oluganda Olwabapuva: okuva ku Yasubu, oluganda Olwabayasubu: okuva ku Simironi, oluganda Olwabasimironi. Ezo ze ng'anda za Isakali ngabo ababalibwa kubo bwebāli, obukumi mukaga mwenkumi nya mu bisatu.

Batabani ba Zebuluni ngeng'anda zabwe bwezali: okuva ku Sereda, oluganda Olwabasereda: okuva ku Eroni, oluganda Olwaberoni: okuva ku Yaleeri, oluganda Olwabayaleeri. Ezo ze ng'anda Ezabazebuluni ngabo ababalibwa kubo bwebāli, obukumi mukaga mu bitano.

Batabani ba Yusufu ngeng'anda zabwe bwezali: Manase ne Eferaimu. Batabani ba Manase: okuva ku Makira, oluganda Olwabamakira: Makira nazala Gireada: okuva ku Gireada, oluganda

30 Olwabagireada. Bano be batabani ba Gireada:
(okuva ku) Yezera, oluganda Olwabayezera: okuva
31 ku Kereka, oluganda Olwabakereka: (nokuva ku)
Asirieri, oluganda Olwabasirieri: (nokuva ku)
32 Sekemu, oluganda Olwabasekemu: (nokuva ku)
Semida, oluganda Olwabasemida: (nokuva ku) Ke-
33 fera, oluganda Olwabakefera. Ne Zerofekada
mutabani wa Kefera teyazala bana ba bulenzi, wa-
bula abobuwala: ne bawala ba Zerofekada amanya gabwe Māla ne Noa, Kogala, Mirika, ne Tiri-
34 za. Ezo ze ng'anda za Manase: nabo ababalibwa
kubo bāli obukumi butano mwenkumi biri mu
lusanvu.

35 Bano be batabani ba Eferaimu ngeng'anda za-
bwe bwezali: okuva ku Susera, oluganda Olwaba-
susera: okuva ku Bekera, oluganda Olwababe-
kera: okuva ku Takani, oluganda Olwabatakani.
36 Ne bano be batabani ba Susera: okuva ku Erani,
37 oluganda Olwaberani. Ezo ze ng'anda za batabani
ba Eferaimu ngabo ababalibwa kubo bwebali, obu-
kumi busatu mwenkumi biri mu bitano. Abo be
batabani ba Yusufu ngeng'anda zabwe bwezali.

38 Batabani ba Benyamini ngeng'anda zabwe bwe-
zali: okuva ku Bera, oluganda Olwababera: oku-
va ku Asiberi, oluganda Olwabasiberi: okuva ku
Akiramu, oluganda Olwabakiramu: okuva ku
Sefufamu, oluganda Olwabasufamu: okuva ku
40 Kufamu, oluganda Olwabakufamu. Ne batabā-
ni ba Bera bāli Alida ne Naamani: (okuva ku
Alida), oluganda Olwabalida: okuva ku Naamani,
41 oluganda Olwabanaamani. Abo be batabani ba
Benyamini ngeng'anda zabwe bwezali: nabo aba-
balibwa kubo bāli obukumi buna mwenkumi tano
mu lukaga.

42 Bano be batabani ba Dani ngeng'anda zabwe
bwezali: okuva ku Sukamu, oluganda Olwabasu-
kamu. Ezo ze ng'anda za Dani ngeng'anda za-
43 bwe bwezali. Eng'anda zona Ezabasukamu, nga-

bo ababalibwa kubo bwebali, bāli obukumi mukaga mwenkumi nya mu bina.

Batabani ba Aseri ngeng'anda zabwe bwezali: okuva ku Imina, oluganda Olwabaimina: okuva ku Isivi, oluganda Olwabaisiri: okuva ku Beriya, oluganda Olwababeriya. Okuva ku batabani ba Beriya: okuva ku Kebera, oluganda Olwabakebera: okuva ku Malakieri, oluganda Olwabamalakieri. Ne muwala wa Aseri erinya lye Sera. Ezo ze ng'anda eza batabani ba Aseri ngabo ababalibwa kubo bwebali, obukumi butano mwenkumi satu mu bina. Batabani ba Nafutali ngeng'anda zabwe bwezali: okuva ku Yazeeri, oluganda Olwabayazeeri: okuva ku Guni, oluganda Olwabaguni: okuva ku Yezera, oluganda Olwabayezera: okuva ku Siremu, oluganda Olwabasiremu. Ezo ze ng'anda za Nafutali ngeng'anda zabwe bwezali: nabo ababalibwa kubo bāli obukumi buna mwenkumi tano mu bina.

Abo be bābalibwa ku bana ba Isiraeri, obusirivu mukaga mu lukumi mu lusanvu mwasatu.

Mukama nagamba Musa nti Abo bebaligabirwa ensi okuba obusika ngomuwendo gwamanya bweguli. Abainga obungi olibawa obusika okusu'kiriza, nabatono olibawa obusika okukendezako: buli muntu ngabo ababalibwa kuye bwebāli, bwaliwebwa bwatyo obusikabwe. Era naye ensi eri gabibwa na bululu: ngamanya gebika bya bakitabwe bwegali bwebalisika. Ngobululu bwebuliba obusika bwabwe bwebuligabirwa abo abainga obungi nabatono.

Ne bano be bābalibwa ku Balevi ngeng'anda zabwe bwezali: okuva ku Geresoni, oluganda Olwabageresoni: okuva ku Kokasi, oluganda Olwabakokasi: okuva ku Merali, oluganda Olwabamerali. Zino ze ng'anda za Levi: oluganda Olwabalibini, oluganda Olwabakeberoni, oluganda Olwabamali, oluganda Olwabamusi, oluganda Olwa-

59 bakola. Kokasi nazala Amiramu. Ne mukazi wa
Amiramu erinyalye Yokebeda, muwala wa Levi,
eyazalirwa Levi mu Misiri: nazalira Amiramu
60 Aloni ne Musa ne Miryamu mwanyinabwe. Aloni
nazalirwa Nadabu ne Abiku, Ereazala ne Isamala.
61 Nadabu ne Abiku nebafa, bwebawayo omuliro
62 omulala mu maso ga Mukama. Nabo ababalibwa
kubo bāli obukumi bubiri mwenkumi satu, buli
musaja eyakamala omwezi ogumu nokukirawo:
kubanga tebābalibwa mu bana ba Isiraeri, kubanga tebawebwa busika mu bana ba Isiraeri.
63 Abo be bābalibwa Musa ne Ereazala kabona;
ababalira abana ba Isiraeri mu nsenyi za Moabu
64 ku Yolidani Eyeriko. Naye mwabo temwali no-
mu kwabo abābalibwa Musa ne Aloni kabona;
ababalira abana ba Isiraeri mu lukola lwa Sinai.
65 Kubanga Mukama yali ayogede kubo nti Tebali-
rema kufira mu lukola. So tewasigala kubo no-
mu wabula Kalebu mutabani wa Yefune ne Yosuwa
mutabani wa Nuni.

27

1 Awo newasembera bawala ba Zerofekada, mu-
tabani wa Kefera, mutabani wa Gireada, muta-
bani wa Makira, mutabani wa Manase, abokung'a-
nda za Manase mutabani wa Yusufu: ne gano ge
manya ga bawalabe; Mala, Noa ne Kogala ne
2 Mirika ne Tiriza. Nebaimirira mu maso ga Musa
ne mu maso ga Ereazala kabona ne mu maso ga ba-
kulu nekibina kyona, ku mulyango gwewema eyo-
3 kusisinkanirangamu, nga bagera nti Kitafe yafira
mu lukola, so teyali mu kibina kyabo abekung'a-
nyiza ku Mukama mu kibina kya Kola: naye ya-
fira mu kibikye ye; so teyazala bana ba bulenzi.
4 Ekinaba kigyisawo ki erinya lya kitafe mu luga-
ndalwe, kubanga teyazala mwana wa bulenzi?

Mutuwe obutaka mu baganda ba kitafe. Musa natwala ensonga yabwe mu maso ga Mukama. Mukama nagamba Musa nti Bawala ba Zerofekada bogera bya nsonga: tolirema kubawa butaka bwa busika mu baganda ba kitabwe; era olibasisa obusika bwa kitabwe. Era onogamba abana ba Isiraeri nti Omusaja bwanafanga nga tazade mwana wa bulenzi, awo muwalawe munamusisanga obusikabwe. Era bwanabanga talina mwana wa buwala, awo munabawanga bagandabe obusikabwe. Era bwanabanga talina ba luganda, awo munabawanga baganda ba kitawe obusika. Era kitawe bwanabanga talina ba luganda, awo munamuwanga obutakabwe oyo amuli okumpi mu luganda ku lugandalwe, naye anabulyanga: era linabanga eri abana ba Isiraeri teka lya musango, nga Mukama bweyalagira Musa.

Awo Mukama nagamba Musa nti Werinyire ku lusozi luno Abalimu, olengere ensi gyembawade abana ba Isiraeri. Awo bwonomala okugirengera, nawe olikung'anyizibwa eri abantubo, nga Aloni mugandawo bweyakung'anyizibwa: kubanga mwajemera ekigambo kyange mu lukola Zini, mu kuwakana kwekibina, okuntukuliza ku ma'zi mu maso gabwe. [Ago ge ma'zi Agemeriba Ekadesi mu lukola Zini.] Musa nagamba Mukama nti Mukama, Katonda wemyoyo gya bona abalina emibiri, alonde omusaja okufuga ekibina, anafulumanga mu maso gabwe, era anaingiranga mu maso gabwe, era anabafulumyanga, era anabaingizanga; ekibina kya Mukama kireme okuba ngendiga ezitalina musumba. Mukama nagamba Musa nti Twala Yosuwa mutabani wa Nuni, omusaja alina omwoyo, omutekeko omukonogwo; omuimirize mu maso ga Ereazala kabona ne mu maso gekibina kyona; omukūtirire mu maso gabwe. Era onomutekako ku kitibwakyo, ekibina kyona ekyabana ba Isiraeri bawulirenga. Era anaimiriranga mu maso ga

5 6, 7 8 9 10 11 12 13 14 15, 16 17 18 19 20 21

Ereazala kabona, anamubulizanga olwomusango gwa Ulimu mu maso ga Mukama: banafulumanga lwa kigambokye, era banaingiranga lwa kigambokye, ye nabana ba Isiraeri bona wamu naye,
22 ekibina kyona. Musa nakola nga Mukama bweyamulagira: natwala Yosuwa, namuimiriza mu maso ga Ereazala kabona, ne mu maso gekibina
23 kyona: namutekako emikono, namukutira, nga Mukama bweyayogera nomukono gwa Musa.

28

1, 2 MUKAMA nagamba Musa nti Lagira abana ba Isiraeri obagambe nti Ekirabo kyange, ebyange ebyokulya olwebyange ebiwebwayo ebikolebwa nomuliro, ebyevumbe edungi gyendi, munakwa-
3 tanga okubiwayo gyendi mu ntuko zabyo. Era onobagamba nti Kino kye kiwebwayo ekikolebwa nomuliro kyemunawangayo eri Mukama; abana bendiga abalume abatanamala mwaka gumu abataliko bulema, buli lunaku babiri, okuba
4 ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo. Omwana wendiga omu onowangayo enkya, nomwana we-
5 ndiga omulala onowangayo akawungezi; nekitundu ekyekumi ekya efa eyobuta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobuta, ekitabudwamu ekitundu ekyokuna ekya ini eyamafuta amakube.
6 Ekyo kye kiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, ekyalagirwa ku lusozi Sinai okuba evumbe edungi, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Muka-
7 ma. Nekiwebwayo ekyokunywa ekyako kinabangi, kitundu kya kuna kya ini olwomwana wendiga omu: muwatukuvu mwonofukiranga ekiwebwayo ekyokunywa ekyekitamiza eri Mukama.
8 Nomwana wendiga owokubiri onowangayo akawungezi: ngekiwebwayo ekyobuta ekyenkya era ngekiwebwayo ekyokunywa ekyako bwebiri, bwo-

nogiwangayo bwotyo, okuba ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama.

Ne ku sabiti abana bendiga babiri abalume aba- 9
tanamala mwaka gumu abataliko bulema, nebitundu ebyekumi bibiri (ebya efa) eyobuta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobuta, obutabudwamu amafuta, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako: ekyo kye kiwebwayo ekya buli sabiti, obutasako 10
ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.

Era emyezi gyamwe weginasokeranga munawa- 11
ngayo ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama, ente envubuka biri, nendiga enume emu, abana bendiga abalume musanvu abatanamala mwaka gumu abataliko bulema; nebitundu ebyekumi bisatu 12
(ebya efa) eyobuta obulungi okuba ekiwebwayo ekyobuta, obutabudwamu amafuta, olwa buli nte; nebitundu ebyekumi bibiri ebyobuta obulungi obutabudwamu amafuta olwendiga emu; nekitundu ekirala ekyekumi ekyobuta obulungi 13
obutabudwamu amafuta okuba ekiwebwayo ekyobuta olwa buli mwana wendiga; okuba ekiwebwayo ekyokebwa ekyevumbe edungi, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro eri Mukama. Nebi- 14
webwayo ebyokunywa ebyako binabanga kitundu kya ini eyomwenge olwente, nekitundu ekyokusatu ekyekibya olwendiga enume, nekitundu ekyokuna ekya ini olwomwana wendiga: ekyo kye kiwebwayo ekyokebwa ekya buli mwezi okumalako emyezi egyomwaka. Nembuzi enume 15
emu okuba ekiwebwayo olwekibi eri Mukama; enewebwangayo era nekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.

Era mu mwezi ogwoluberyeberye, ku lunaku 16
olwomwezi olwekumi nenya, wanabangawo Okuitako kwa Mukama. Ne ku lunaku olwekumi 17
netano olwomwezi ogwo wanabangawo embaga: emigati egitazimbulukuswa ginarirwanga enaku

18 musanvu. Ku lunaku olwoluberyeberye wana-
bangawo okukung'ana okutukuvu ; temukolanga
19 mulimu gwona ogwemikono : naye munawanga-
yo ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekiwebwa-
yo ekyokebwa eri Mukama ; ente envubuka biri,
nendiga enume emu, nabana bendiga abalume mu-
sanvu abatanamala mwaka gumu : banabanga
20 gyemuli abataliko bulema : nekiwebwayo ekyo-
buta ekyako, obuta obulungi obutabudwamu ama-
futa : munawangayo ebitundu ebyekumi bisatu
olwente, nebitundu ebyekumi bibiri olwendiga
21 enume ; onowangayo ekitundu ekirala ekyekumi
olwa buli mwana wendiga ku bana bendiga omu-
22 sanvu ; nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo
23 olwekibi, okubatangirira. Munawangayo ebyo era
nekiwebwayo ekyokebwa ekyenkya, ekinabanga
24 ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo. Bwemutyo
bwemunawangayo buli lunaku, okumalako enaku
musanvu, ekyokulya ekyekiwebwayo ekikolebwa
nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama : ki-
nawebwangayo era nekiwebwayo ekyokebwa eki-
taligwawo, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.
25 Ne ku lunaku olwomusanvu munabanga nokuku-
ng'ana okutukuvu ; temukolanga mulimu gwona
26 ogwemikono. Era ne ku lunaku olwebibala ebi-
beryeberye, bwemunawangayo ekiwebwayo ekyo-
buta obugya eri Mukama mu (mbaga) yamwe eya
sabiti, awo munabanga nokukung'ana okutukuvu ;
27 temukolanga mulimu gwona ogwemikono : naye
munawangayo ekiwebwayo ekyokebwa okuba evu-
mbe edungi eri Mukama ; ente envubuka biri,
endiga enume emu, abana bendiga abalume mu-
28 sanvu abatanamala mwaka gumu ; nekiwebwayo
ekyobuta ekyako, obuta obulungi obutabudwamu
amafuta, ebitundu ebyekumi bisatu olwa buli nte,
ebitundu ebyekumi bibiri olwendiga enume emu,
29 ekitundu ekirala ekyekumi olwa buli mwana
30 wendiga ku bana bendiga omusanvu ; embuzi

enume emu okubatangirira. Obutasako ekiwe- 31
bwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo
ekyokunywa ekyako, munawangayo nebyo [bina-
banga gyemuli ebitaliko bulema], nebiwebwayo
ebyokunywa ebyako.

29

Ne mu mwezi ogwomusanvu, ku lunaku olwo- 1
luberyeberye olwomwezi, munabanga nokuku-
ng'ana okutukuvu; temukolanga mulimu gwona
ogwemikono: lwe lunaku olwokufuirako amako-
ndere gyemuli. Era munawangayo ekiwebwayo 2
ekyokebwa okuba evumbe edungi eri Mukama;
ente envubuka emu, endiga enume emu, abana
bendiga abalume omusanvu abatanamala mwaka
gumu abataliko bulema: nekiwebwayo ekyobuta 3
ekyako, obuta obulungi obutabudwamu amafuta,
ebitundu ebyekumi bisatu olwente, ebitundu
ebyekumi bibiri olwendiga enume, nekitundu 4
ekyekumi kimu olwa buli mwana wendiga ku
bana bendiga omusanvu: nembuzi enume emu 5
okuba ekiwebwayo olwekibi, okubatangirira:
obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekyomwezi 6
ogwakaja guboneke, nekiwebwayo ekyobuta ekya-
ko, nekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo neki-
webwayo ekyobuta ekyako, nebiwebwayo ebyo-
kunywa ebyako, ngeteka lyabyo bweriri, okuba
evumbe edungi, ekiwebwayo ekikolebwa nomuli-
ro eri Mukama.

Ne ku lunaku olwekumi olwomwezi ogwo 7
ogwomusanvu munabanga nokukung'ana okutu-
kuvu; era munabonerezanga obulamu bwamwe;
temukolanga mulimu gwona: naye munawanga- 8
yo ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama okuba
evumbe edungi; ente envubuka emu, endiga
enume emu, abana bendiga abalume musanvu
abatanamala mwaka gumu; banabanga gyemuli
abataliko bulema: nekiwebwayo ekyobuta ekya- 9

ko, obuta obulungi obutabudwamu amafuta, ebitundu ebyekumi bisatu olwente, ebitundu ebye-
10 kumi bibiri olwendiga enume emu, ekitundu ekirala ekyekumi olwa buli mwana wendiga ku ba-
11 na bendiga omusanvu : embuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi ; obutasako ekiwebwayo olwekibi ekyokutangirira, nekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyobuta ekyako, nebiwebwayo ebyokunywa ebyako.
12 Ne ku lunaku olwekumi netano olwomwezi ogwomusanvu munabanga nokukung'ana okutukuvu ; temukolanga mulimu gwona ogwemikono, era munakwatiranga embaga enaku musanvu eri
13 Mukama : era munawangayo ekiwebwayo ekyokebwa, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama ; ente envubuka kumi na satu, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu ; ba-
14 nabanga abataliko bulema : nekiwebwayo ekyobuta ekyako, obuta obulungi obutabudwamu amafuta, ebitundu ebyekumi bisatu olwa buli nte kunte ekumi nesatu, ebitundu ebyekumi bibiri olwa
15 buli ndiga enume ku ndiga enume zombi, nekitundu ekirala ekyekumi olwa buli mwana wendiga
16 ku bana bendiga ekumi nabana : nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi ; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, ekiwebwayo ekyobuta ekyako, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.
17 Ne ku lunaku olwokubiri (munawangayo) ente envubuka kumi na biri, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala
18 mwaka gumu abataliko bulema : nekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo bwegunabanga, ngeteka
19 bweriri : nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi ; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa eki-

taligwawo, nekiwebwayo ekyobuta ekyako, nebiwebwayo ebyokunywa ebyako.

Ne ku lunaku olwokusatu ente kumi nemu, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu abataliko bulema; nekiwebwayo ekyobuta ekyako, nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo bwegunabanga, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyobuta ekyako nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.

Ne ku lunaku olwokuna ente kumi, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu abataliko bulema: ekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo bwegunabanga, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, ekiwebwayo ekyobuta ekyako, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.

Ne ku lunaku olwokutano ente mwenda, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu abataliko bulema: nekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo bwegunabanga, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyobuta ekyako, nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.

Ne ku lunaku olwomukaga ente munana, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu abataliko bulema: nekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwe-

bwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo
31 bwegunabanga, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, ekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako.
32 Ne ku lunaku olwomusanvu ente musanvu, endiga enume biri, abana bendiga abalume kumi na bana abatanamala mwaka gumu abataliko
33 bulema: nekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, ngomuwendo gwabyo
34 bwegunabanga, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, ekiwebwayo ekyobuta ekyako nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.
35 Ku lunaku olwomusanvu munabanga nokukung'ana okwokwewombeka: temukolanga mulimu
36 gwona ogwemikono: naye munawangayo ekiwebwayo ekyokebwa, ekiwebwayo ekikolebwa nomuliro, ekyevumbe edungi eri Mukama: ente emu, endiga enume emu, abana bendiga abalume musanvu abatanamala mwaka gumu abataliko
37 bulema: ekiwebwayo ekyobuta ekyako nebiwebwayo ebyokunywa ebyako olwente, olwendiga enume, nolwabana bendiga, binabanga ngomuwe-
38 ndo gwabyo, ngeteka bweriri: nembuzi enume emu okuba ekiwebwayo olwekibi; obutasako ekiwebwayo ekyokebwa ekitaligwawo, nekiwebwayo ekyobuta ekyako nekiwebwayo ekyokunywa ekyako.
39 Ebyo byemunawangayo eri Mukama mu mbaga zamwe ezalagirwa, obutasako bweyamo bwamwe, nebyo byemuwayo kubwamwe, okuba byemuwayo ebyokebwa, nebyemuwayo ebyobuta, nebyemuwayo ebyokunywa, nebyemuwayo olwemire-

mbe. Musa nabulira abana ba Isiraeri nga byona 40
bwebyali Mukama byeyalagira Musa.

30

Musa nagamba emitwe gyebika byabana ba 1
Isiraeri nti Kino kye kigambo Mukama kyala-
gide. Omusaja bwaneyamanga obweyamo eri 2
Mukama, oba bwanalairanga ekirairo okulaganya
obulamubwe nendagano, tavumisanga kigambo-
kye; anakolanga nga byona bwebiri ebifuluma
mu kamwake. Era omukazi bwaneyamanga 3
obweyamo eri Mukama, neyeraganya nendagano,
ngali mu nyumba ya kitawe, mu butobwe; ki- 4
tawe nawulira obweyamobwe nendagano gyalaga-
nyi'za obulamubwe, kitawe namusirikira: awo
obweyamobwe bwona bunanyuweranga, na buli
ndagano gyalaganyi'za obulamubwe enenyuwera-
nga. Naye kitawe bwanamugananga ku lunaku 5
lwawulirirako; tewabangawo ku bweyamobwe
newakubade ku ndaganoze, zeyalaganya obulamu-
bwe, enenyuweranga: era Mukama anamusonyi-
wanga kubanga kitawe yamugana. Era bwanaba- 6
nga alina ba, obweyamobwe nga buli kuye, oba
emimwagye byegyogera ngayanguiriza, byalaga-
nyi'za obulamubwe; ba nawulira namusirikira 7
ku lunaku lwakiwulirirako: awo obweyamobwe
bunanyuweranga, nendagano zalaganyi'za obu-
lamubwe zinanyuweranga. Naye ba bwanamu- 8
gananga ku lunaku lwakiwulirirako; awo ana-
jululanga obweyamobwe obuli kuye, nemimwagye
byegyogede ngayanguiriza, byalaganyi'za obula-
mubwe: era Mukama anamusonyiwanga. Naye 9
obweyamo bwa munamwandu oba bwoyo eyago-
bebwa ba, buli kyeyalaganya obulamubwe, kina-
nyuweranga kuye. Era obanga yeyamira obwe- 10
yamo mu nyumba ya ba, oba yalaganya obulamu-

11 bwe nendagano ngalaira, ba nakiwulira namusirikira natamugana; awo obweyamobwe bwona bunanyuweranga, na buli ndagano gyeyalaganya
12 obulamubwe enenyuweranga. Naye ba obanga yabidibya ku lunaku lweyabiwulirirako; awo buli ekyafuluma mu mimwagye mu bigambo byobweyamobwe oba mu bigambo byendagano yobulamubwe tekinyuweranga: ba ngabijulude;
13 era Mukama anamusonyiwanga. Buli bweyamo na buli kirairo ekyendagano ekyokwebonereza obulamubwe, ba ainza okukinyuweza, oba ba
14 ainza okukijulula. Naye ba bwanamusirikiriranga dala bulijo bulijo; awo ananyuwezanga obweyamobwe bwona, oba endaganoze zona eziri kuye: ngabinyuweze'za, kubanga yamusirikira
15 ku lunaku lweyabiwulirirako. Naye bwanabidibyanga ngamaze okubiwulira; awo yanabanga-
16 ko obutali butukirivu bwomukazi. Ago ge mateka Mukama geyalagira Musa, wakati womusaja ne mukaziwe, wakati wa kitawe (womuwala) ne muwalawe, ngakyali mu butobwe, mu nyumba ya kitawe.

31

1, 2 Mukama nagamba Musa nti Wolera egwanga byabana ba Isiraeri ku Bamidiani: oluvanyuma
3 nolyoka okung'anyizibwa eri abantubo. Musa nagamba abantu nti Mugye mumwe abasaja mubawe ebyokulwanyisa olwentalo, batabale Midiani, okuwolera egwanga lya Mukama ku Midiani.
4 Munagya ku buli kika olukumi okubuna ebika byona ebya Isiraeri, nemubatuma okutabala.
5 Awo nebaleta ku nkumi za Isiraeri, ku buli kika lukumi, kakumi mwenkumi biri nga balina
6 ebyokulwanyisa olwentalo. Musa nabasindika okutabala, ku buli kika lukumi, bo ne Finekasi mutabani wa Ereazala kabona, okutabala, awamu

nebintu ebyomuwatukuvu namakondere agalawa
mu mukonogwe. Nebalwana ne Midiani, nga 7
Mukama bweyalagira Musa; neba'ta buli musaja.
Neba'ta bakabaka ba Midiani wamu nabalala 8
abatibwa; Evi ne Lekemu, ne Zula, ne Kula, ne
Leba, bakabaka ba Midiani abatano: ne Balamu
mutabani wa Beola bamuta nekitala. Abana ba 9
Isiraeri nebanyaga abakazi ba Midiani nabana
babwe abato; nebisibo byabwe byona, nembuzi
zabwe zona, nebintu byabwe byona nebabitwala
okuba omunyago. Nebibuga byabwe byona mu 10
bifo mwebasulanga, nensisira zabwe zona, nebabyo-
kya omuliro. Nebatwala omunyago gwona ne- 11
byebafuna byona, obanga bantu obanga nsolo.
Nebaleta omwandu nebyebafuna nomunyago eri 12
Musa neri Ereazala kabona neri ekibina kyabana
ba Isiraeri, eri olusisira olwali mu nsenyi za
Moabu, eziri ku Yolidani Eyeriko.

Awo Musa ne Ereazala kabona nabakulu bona 13
abekibina nebafuluma okubasisinkana ebweru wo-
lusisira. Musa nasunguwalira abami begye, aba- 14
mi benkumi nabami bebikumi, abava mu kuwere-
za mu lutabalo. Musa nabagamba nti Abakazi 15
bona mubawonye'za okufa? Laba, bano be bāso-
besa abana ba Isiraeri ku Mukama, olwokutesa
kwa Balamu, mu bigambo bya Peola, bwatyo ka-
wumpuli naba mu kibina kya Mukama. Kale no 17
kakano mu'te buli musaja ku bana abato, era
mu'te buli mukazi eyamanya omusaja ngasula
naye. Naye abana abato bona abobuwala, abata- 18
manyanga musaja nga basula naye, mwewonyeze
obutafa. Era musisire ebweru wolusisira enaku 19
musanvu: buli eya'ta omuntu yena, era buli eya-
koma ku muntu yena eyatibwa, mwerongose ku
lunaku olwokusatu ne ku lunaku olwomusanvu,
mwe nomwandu gwamwe. Na buli kyambalo na 20
buli kintu ekyediba, nomulimu gwona ogwebiku-
'zi byembuzi, nebintu byona ebyemiti, mune-

21 rongosa. Ereazala kabona nagamba abasaja aba-
tabazi abātabala nti Lino lye teka eryekiragiro
22 Mukama kyalagide Musa: naye zabu ne feza,
ekikomo, ekyuma, ebati, nerisasi, buli kintu ekij-
23 nza omuliro, munakiisa mu muliro, nekiba kiro-
ngofu; naye kinalongosebwa nama'zi agokwawula:
nebyo byona ebitainza muliro munabiisa mu ma'zi.
24 Era mulyoza engoye zamwe ku lunaku olwomu-
sanvu, nemuba balongofu, oluvanyuma nemulyo-
ka muingira mu lusisira.
25, 26 Mukama nagamba Musa nti Bala omuwendo
gwomunyago ogwanyagibwa, abantu era nensolo,
gwe ne Ereazala kabona nemitwe (gyenyumba)
27 za bakitabwe ezekibina: mwawulemu omunyago
ebitundu bibiri; ekyabasaja abamanyi entalo aba-
28 tabala, nekyekibina kyona: omusololeze Mukama
omusolo ku basaja abatabazi abatabala: buli bita-
no obulamu bumu, ku bantu ne kunte ne ku
29 ndogoi ne ku mbuzi: gugye ku kitundu kyabwe,
oguwe Ereazala kabona, okuba ekiwebwayo ekisitu-
30 libwa ekya Mukama. Ne ku kitundu ekyabana ba
Isiraeri onogyako obumu obugyibwa ku buli atano,
ku bantu, kunte, ku ndogoi, ne ku mbuzi, ku nsolo
zona, nobiwa Abalevi, abakuma enyumba ya Mu-
31 kama gyebateresebwa. Musa ne Ereazala kabona
32 nebakola nga Mukama bweyalagira Musa. Ne-
byokugereka ebyafikawo ku munyago abasaja aba-
tabazi gwebanyaga, byali endiga obusirivu muka-
33 ga mwobukumi musanvu mwenkumi tano, nente
34 obukumi musanvu mwenkumi biri, nendogoi obu-
35 kumi mukaga mu lukumi, nabantu obukumi bu-
satu mwenkumi biri okugata bona, ku bakazi aba-
36 tamanyanga musaja nga basula naye. Nekitundu
ekyali ekyabo abatabala, omuwendo gwakyo kyali
endiga obusirivu busatu mwobukumi busatu mu
37 kasanvu mu bitano: nomusolo gwa Mukama
ogwokundiga gwali lukaga mu nsanvu mu tano.
38 Nente zali obukumi busatu mu kakaga; kwezo omu-

solo gwa Mukama gwali nsanvu mu biri. Nendo- 39
goi zali obukumi busatu mu bitano; kwezo omu-
solo gwa Mukama gwali nkaga mwemu. Nabantu 40
bāli kakumi mu kakaga; kwabo omusolo gwa Mu-
kama gwali abantu asatu mu babiri. Musa nawa 41
Ereazala kabona omusolo, kye kyali ekiwebwayo
ekisitulibwa ekya Mukama, nga Mukama bweya-
lagira Musa. Musa nagya ku kitundu ekyabana 42
ba Isiraeri, Musa kyeyayawula ngakigya ku basaja
abatabala, [era ekitundu ekyekibina kyali endiga 43
obusirivu busatu mwobukumi busatu mu kasanvu
mu bitano, nente obukumi busatu mu kakaga, 44, 45
nendogoi obukumi busatu mu bitano, nabantu ka- 46
kumi mu kakaga;] ku kitundu ekyabana ba Isira- 47
eri Musa nagya (obulamu) bumu obugyibwa ku
buli atano, ku bantu era ne ku nsolo, nabiwa Aba-
levi abakumanga enyumba ya Mukama gyebatere-
sebwa; nga Mukama bweyalagira Musa. Nabami 48
abātwala enkumi ezomugye, abami benkumi naba-
mi bebikumi, nebasemberera Musa: nebagamba 49
Musa nti Abadubo babaze omuwendo gwabasaja
abatabazi betutwala, so tekubuzeko muntu nomu
kufe. Era tulese ekirabo kya Mukama, buli mu- 50
ntu kyafunye, ebyobuyonjo ebya zabu, emikufu
egyokumagulu, nemisa'ga, empeta eziriko obubo-
nero nezomumatu, nebikomo, okutangirira obulamu
bwafe mu maso ga Mukama. Musa ne Ereazala 51
kabona nebabagyako ezabu, ebyobuyonjo byona
ebiwese. Ne zabu yona eyekiwebwayo ekisitu- 52
libwa kyebawayo eri Mukama, nga bagigya ku
bami benkumi ne ku bami bebikumi, yali sekeri
kakumi mu kakaga mu lusanvu mwatano. [(Ku- 53
banga) abasaja abatabazi bāli benyagide ebintu,
buli muntu ebibye.] Musa ne Ereazala kabona 54
nebatwala ezabu eyabami benkumi nabebikumi,
nebagireta mu wema eyokusisinkanirangamu,
okuba ekijukizo eri abana ba Isiraeri mu maso ga
Mukama.

32

1 Abana ba Leubeni nabana ba Gada bālina
ensolo nyingi nyo nyini: awo bwebalaba ensi
Yeyazera, nensi Yegireada, nga, laba, ekifo ekyo
2 kifo kya nsolo; abana ba Gada nabana ba Leubeni
3 nebaja nebagamba Musa ne Ereazala kabona naba-
kulu abekibina nti Atalosi ne Diboni ne Yazera
ne Nimira ne Keseboni ne Ereale ne Sebamu ne
4 Nebo ne Beoni, ensi Mukama gyeyakuba mu maso
gekibina kya Isiraeri, nsi ya nsolo, nabadubo
5 balina ensolo. Nebogera nti Obanga tulabye
ekisa mu masogo, ensi eno ewebwe abadubo okuba
6 obutaka; totusomosa Yolidani. Musa nagamba
abana ba Gada nabana ba Leubeni nti Baganda
7 bamwe banatabala, mwe nga mutude wano? Era
kiki ekibakang'enterezesa omwoyo gwabana ba
Isiraeri obutasomoka okuingira munsi Mukama
8 gyeyabawa? Bakitamwe bwebakola bwebatyo
bwenabatuma nga nyima Ekadesibanea okulaba
9 ensi. Kubanga bwebayambuka mu kiwonvu
Esikoli, nebalaba ensi, nebakeng'entereza omwoyo
gwabana ba Isiraeri, baleme okuingira munsi
10 Mukama gyeyali abawade. Obusungu bwa Mu-
kama nebwaka ku lunaku luli, nalaira ngagamba
11 nti Mazima tewaliba ku basaja abalinya okuva
mu Misiri, abakamaze emyaka abiri nokukirawo,
abaliraba ensi gyenalairira Ibulaimu, Isaka ne
12 Yakobo; kubanga tebangobererede dala: wabula
Kalebu mutabani wa Yefune Omukenizi ne
Yosuwa mutabani wa Nuni: kubanga abo bago-
13 bererede dala Mukama. Obusungu bwa Mukama
nebwaka ku Isiraeri, nabatambulizatambuliza
eyo neyo mu lukola emyaka ana, okutusa ezade
lyona abali bakoze obubi mu maso ga Mukama
14 lwebazikirira. Era, laba, mwe muimiride mu
kifo kya bakitamwe, okwala okwabantu abalina

ebibi, okwongera nate ekiruwi kya Mukama eri
Isiraeri. Kubanga bwemunakyuka obutamugo- 15
berera, anabaleka nate omulundi ogwokubiri mu
lukola ; namwe munazikiriza abantu bano bona.
Nebamusemberera nebagamba nti Tunazimbira 16
ensolo zafe ebiralo wano, nebibuga olwabana bafe
abato : naye fe be nyini tuliba nga twetesetese 17
nga tukute ebyokulwanyisa okukulembera abana
ba Isiraeri, okutusa lwetulimala okubaingiza mu
kifo kyabwe : nabana bafe abato balitula mu
bibuga ebiriko enkomera olwabo abatula munsi.
Tetulikomawo mu nyumba zafe, okutusa abana 18
ba Isiraeri lwebalimala okusikira buli muntu
obusikabwe. Kubanga tetulisikira wamu nabo 19
emitala wa Yolidani nokweyongerayo ; kubanga
obusika bwafe butugwiride emitala weno ewa
Yolidani ebuvanjuba. Musa nabagamba nti 20
Bwemunakola ekigambo ekyo ; bwemunakwata
ebyokulwanyisa okukulembera Mukama okuta-
bala, na buli musaja kumwe alina ebyokulwa- 21
nyisa bwanasomoka Yolidani mu maso ga Muka-
ma, okutusa lwaligobera dala abalabebe mu maso-
ge, ensi newangulwa mu maso ga Mukama : awo 22
oluvanyuma nemulyoka mukomawo, nemutabako
musango eri Mukama neri Isiraeri ; nensi eno
eriba butaka gyemuli mu maso ga Mukama.
Naye bwemutakole bwemutyo, laba, nga mwono- 23
nye Mukama : era mutegerere dala ngokwonona
kwamwe kulibai'ga. Muzimbire abana bamwe 24
abato ebibuga, nebiralo olwendiga zamwe ; nemu-
kola ekyo ekifulumye mu kamwa kamwe. Aba- 25
na ba Gada nabana ba Leubeni nebagamba Musa
nti Abadubo banakola nga mukama wange bwala-
gide. Abana bafe abato, bakazi bafe, embuzi 26
zafe, nensolo zafe zona binabera eyo mu bibuga
Ebyegireada : naye abadubo banasomoka, buli 27
musaja alina ebyokulwanyisa olwentalo, mu maso

ga Mukama okutabala, nga mukama wange bwayogede.

28 Awo Musa nalagira Ereazala kabona ebigambo byabwe ne Yosuwa mutabani wa Nuni nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe ezebika byabana ba
29 Isiraeri. Musa nabagamba nti Abana ba Gada nabana ba Leubeni bwebalisomoka Yolidani awamu namwe, buli musaja alina ebyokulwanyisa olwentalo, mu maso ga Mukama, ensi newangulwa mu maso gamwe; awo mulibawa ensi Yegireada
30 okuba obutaka: naye bwebatalikiriza kusomoka wamu namwe nga bakute ebyokulwanyisa, baliba
31 nobutaka mumwe munsi ya Kanani. Abana ba Gada nabana ba Leubeni nebadamu nti Nga Mukama bwagambye abadubo, bwetutyo bwetu-
32 nakola. Tunasomoka nga tukute ebyokulwanyisa mu maso ga Mukama okuingira munsi ya Kanani, era obutaka obwobusika bwafe (bulibera)
33 nafe emitala wa Yolidani. Musa nabawa bo, abana ba Gada nabana ba Leubeni, nekitundu kyekika kya Manase mutabani wa Yusufu, obwakabaka bwa Sikoni kabaka Wabamoli nobwakabaka bwa Oga kabaka Webasani, ensi ngebibuga byayo bwebyali wamu nensalo zabyo, bye bibuga ebyo-
34 munsi eriranyewo. Abana ba Gada nebazimba
35 Diboni ne Atalosi ne Aloera; ne Aterosisofani
36 ne Yazera ne Yogebeka; ne Besinimira ne Besikalani: ebibuga ebiriko enkomera nebisibo
37 byendiga. Abana ba Leubeni nebazimba Kese-
38 boni ne Ereale ne Kiriasaimu; ne Nebo ne Baalimeoni, [nga bawanyisi'za amanya gabyo,] ne Sibima: nebabituma amanya amalala ebibuga
39 byebazimba. Abana ba Makira mutabani wa Manase nebagenda Egireada, nebakirya, nebago-
40 bamu Abamoli abāli omwo. Musa namuwa Makira mutabani wa Manase Gireada; nabera omwo.
41 Yaira mutabani wa Manase nagenda nalya ebibuga
42 byayo, nabituma Kavosiyaira. Noba nagenda

nalya Kenasi, nebyalo byakyo, nakituma Noba, ngerinyalye ye bweryali.

33

Bino bye biramago ebyabana ba Isiraeri, bwe- 1
bava munsi Yemisiri ngegye lyabwe bweryali
wansi womukono gwa Musa ne Aloni. Musa 2
nawandika okusitula kwabwe ngebiramago bya-
bwe bwebyali olwekiragiro kya Mukama: era
bino bye biramago byabwe ngokusitula kwabwe
bwekwali. Nebasitula Eramesesi mu mwezi 3
ogwoluberyeberye, ku lunaku olwekumi netano
olwomwezi ogwoluberyeberye; ku lwenkya Oku-
itako nga kuwede abana ba Isiraeri nebavayo
nomukono ogwagulumizibwa mu maso Gabamisiri
bona, Abamisiri bwebali nga bakyazika ababerye- 4
berye babwe bona Mukama beyakuba mubo: ne
ku bakatonda babwe Mukama nawalana emisango.
Abana ba Isiraeri nebasitula Eramesesi, nebasisira 5
Esukosi. Nebasitula Esukosi, nebasisira Eyesamu, 6
ekiri ku bali lyolukola. Nebasitula Eyesamu 7
nebada enyuma okutuka Epikakirosi, ekyolekera
Baalizefoni: nebasisira okwolekera Migidoli. Ne- 8
basitula Ekakirosi, nebaita wakati mu nyanja
nebaingira mu lukola: nebatambula olugendo
olwenaku satu mu lukola Olwesamu, nebasisira
mu Mala. Nebasitula Emala nebatuka Eyerimu: 9
era mu Erimu waliwo enzi'zi zama'zi kumi nebiri,
nenkindu nsanvu; nebasisira eyo. Nebasitula 10
Eyerimu, nebasisira ku Nyanja Emyufu. Neba- 11
situla okuva ku Nyanja Emyufu, nebasisira mu
lukola Sini. Nebasitula okuva mu lukola Sini, 12
nebasisira Edofeka. Nebasitula Edofeka, nebasi- 13
sira Eyalusi. Nebasitula Eyalusi, nebasisira Ere- 14
fidimu, awatali ma'zi abantu okunywa. Nebasi- 15
tula Erefidimu, nebasisira mu lukola lwa Sinai.

16 Nebasitula okuva mu lukola lwa Sinai, nebasisira
17 Ekibirosikatava. Nebasitula Ekibirosikatava,
18 nebasisira Ekazerosi. Nebasitula Ekazerosi, neba-
19 sisira Erisima. Nebasitula Erisima, nebasisira
20 Erimoniperezi. Nebasitula Erimoniperezi, neba-
21 sisira Eribina. Nebasitula Eribina, nebasisira
22 Erisa. Nebasitula Erisa, nebasisira Ekekerasa.
23 Nebasitula Ekekerasa, nebasisira ku lusozi Sefera.
24 Nebasitula okuva ku lusozi Sefera, nebasisira
25 Ekalada. Nebasitula Ekalada, nebasisira Emake-
26 rosi. Nebasitula Emakerosi, nebasisira Etakasi.
27, 28 Nebasitula Etakasi, nebasisira Etera. Nebasi-
29 tula Etera, nebasisira Emisika. Nebasitula Emi-
30 sika, nebasisira Ekasimona. Nebasitula Ekasi-
31 mona, nebasisira Emoserosi. Nebasitula Emose-
32 rosi, nebasisira Ebeneyakani. Nebasitula Ebene-
33 yakani, nebasisira Ekolikagidigada. Nebasitula
34 Ekolikagidigada, nebasisira Eyotibasa. Nebasitula
35 Eyotibasa, nebasisira Eyaberona. Nebasitula
36 Eyaberona, nebasisira Eyezionigebera. Nebasitula
Eyezionigebera, nebasisira mu lukola Zini [ye
37 Kadesi]. Nebasitula Ekadesi, nebasisira ku lusozi
38 Kola, ku bali lyensi ya Edomu. Aloni kabona
nalinya ku lusozi Kola olwekiragiro kya Mukama,
nafira okwo, abana ba Isiraeri nga bakamaze
emyaka ana okuva munsi Yemisiri, mu mwezi
ogwokutano, ku lunaku olwoluberyeberye olwo-
39 mwezi. Era Aloni yali yakamaze emyaka kikumi
mwabiri mwesatu bweyafira ku lusozi Kola.
40 Nomukanani, kabaka Weyalada, eyatula ebukika
obwadyo munsi ya Kanani, nawulira abana ba
41 Isiraeri nga baja. Nebasitula okuva ku lusozi
42 Kola, nebasisira Ezalamona. Nebasitula Ezala-
43 mona, nebasisira Epunoni. Nebasitula Epunoni,
44 nebasisira Eyobosi. Nebasitula Eyobosi, nebasi-
45 sira Eiyeabalimu, ku bali lya Moabu. Nebasitula
46 Eiyimu, nebasisira Edibonigada. Nebasitula
Edibonigada, nebasisira Eyalamonidibirasaimu.

Nebasitula Eyalamonidibirasaimu, nebasisira ku 47
nsozi Abalimu, okwolekera Nebo. Nebasitula 48
okuva ku nsozi Abalimu, nebasisira mu nsenyi za
Moabu ku Yolidani Eyeriko. Nebasisira ku 49
Yolidani, okuva Ebesiyesimosi okutuka Eyaberi-
sitimu mu nsenyi za Moabu.

Mukama nagambira Musa mu nsenyi za Moabu 50
ku Yolidani Eyeriko nti Yogera nabana ba Isira- 51
eri obagambe nti Bwemulisomoka Yolidani nemu-
ingira munsi ya Kanani, awo muligobamu bona 52
abatula munsi mu maso gamwe, nemuzikiriza (ama-
inja) gabwe gona agaliko ebifananyi, nemuzikiriza
ebifananyi byabwe byona ebifumbe, nemusulasula
ebifo byabwe byona ebigulumivu: era mulirya ensi 53
nemutula omwo: kubanga mwe ngiwade ensi
okugirya. Era mulisikira ensi nobululu ngeng'a- 54
nda zamwe bweziri; abainga obungi mulibawa
obusika okusukiriza, nabatono olibawa obusika
okukendezako: wona wona akalulu wekaligwi-
rira omuntu, awo we waliba awawe; ngebika bya
bakitamwe bwebiri bwemulisika bwemutyo. Naye 55
bwemutalikiriza kugobamu abo abatula munsi mu
maso gamwe; awo abo bemulisigaza kubo banaba-
nga ngebifumita mu maso gamwe era ngamagwa
mu mbirizi zamwe, era banabateganyanga munsi
gyemulitulamu. Awo olulituka, nga bwenali 56
ndowoza okubakola bo, bwentyo bwendibakola
mwe.

34

Mukama nagamba Musa nti Lagira abana ba 1, 2
Isiraeri obagambe nti Bwemuliingira munsi ya
Kanani, [eyo ye nsi eribagwira okuba obusika,
ensi ya Kanani ngensalo zayo bweziri,] awo oluwi 3
lwamwe olwobukika obwadyo luliva ku lukola
Zini neruita ku mabali ga Edomu, nensalo yamwe
eyobukika obwadyo eriva ku nkomerero Yenyanja

4 Eyomunyo ebuvanjuba: nensalo yamwe erikyukira
ku luwi olwobukika obwadyo olwekubo eririnya
ku Akalabimu, neita netuka Ezini: nenkomerero
yayo eriba ku luwi olwobukika olwadyo Olweka-
desibanea; era erifuluma okutuka Ekazaladali,
5 neita netuka Eyazimoni: era ensalo erikyukira
okuva Eyazimoni okutuka ku muga Ogwemisiri,
6 nenkomerero yayo eriba ku nyanja. Nokuba
ensalo eyebugwanjuba, muliba nenyanja enene
nensalo (yayo): eyo yeriba ensalo yamwe eye-
7 bugwanjuba. Neno yeriba ensalo yamwe eyo-
bukika obwa kono: okuva ku nyanja enene
8 mulyerambira olusozi Kola: okuva ku lusozi Kola
muliramba okutuka woingirira Ekamasi; nenko-
9 merero yensalo eriba ku Zedada: era ensalo erifu-
luma okutuka Ezifironi, nenkomerero yayo eriba
ku Kazalenani: eyo yeriba ensalo yamwe eyobu-
10 kika obwa kono. Era muliramba ensalo yamwe
eyebuvanjuba okuva Ekazalenani okutuka Esefa-
11 mu: era ensalo eriva Esefamu ne'ka Eribula ku
luwi olwebuvanjuba Olweyaini; era ensalo eri'ka,
netuka ku lubalama lwenyanja Eyekineresi ebuva-
12 njuba: era ensalo erika netuka ku Yolidani, ne-
nkomerero yayo eriba ku Nyanja Eyomunyo: eyo
yeriba ensi yamwe ngensalo zayo bweziriba enjuwi
13 zona. Musa nalagira abana ba Isiraeri ngayogera
nti Eyo ye nsi gyemulisikira nobululu, Mukama
gyalagide okuwa ebika omwenda nekika ekyekitu-
14 ndu: kubanga ekika kyabana ba Leubeni ngenyu-
mba za bakitabwe bweziri, nekika kyabana ba
Gada ngenyumba za bakitabwe bweziri, bāmala
okuwebwa obusika bwabwe, nekika ekyekitundu
15 ekya Manase bāmala okubuwebwa: ebika ebi-
biri nekika ekyekitundu bāmala okuwebwa
obusika bwabwe emitala wa Yolidani Eyeriko
ebuvanjuba enjuba gyeva.
16, 17 Mukama nagamba Musa nti Gano ge manya
gabasaja abalibagabira ensi okuba obusika: Ere-

azala kabona ne Yosuwa mutabani wa Nuni. Era 18
mulitwala omukulu omu ku buli kika, okugaba
ensi okuba obusika. Era gano ge manya gaba- 19
saja: ku kika kya Yuda Kalebu mutabani wa
Yefune. Ne ku kika kyabana ba Simeoni Semu- 20
eri mutabani wa Amikuda. Ku kika kya Benya- 21
mini, Eridada mutabani wa Kisironi. Ne ku kika 22
kyabana ba Dani, omukulu omu Buki mutabani
wa Yogali. Ku bana ba Yusufu: ku kika kya- 23
bana ba Manase, omukulu omu Kanieri mutabani
wa Efodi; ne ku kika kyabana ba Eferaimu 24
omukulu omu Kemueri mutabani wa Sifitani.
Ne ku kika kyabana ba Zebuluni, omukulu omu 25
Erizafani mutabani wa Palanaka. Ne ku kika 26
kyabana ba Isakali, omukulu omu Palatieri mu-
tabani wa Azani. Ne ku kika kyabana ba Aseri, 27
omukulu omu Akikuda mutabani wa Seromi.
Ne ku kika kyabana ba Nafutali, omukulu omu 28
Pedakeri mutabani wa Amikuda. Abo babo 29
Mukama beyalagira okugabira abana ba Isiraeri
obusika munsi ya Kanani.

35

Mukama nagambira Musa mu nsenyi za Moabu 1
ku Yolidani Eyeriko nti Lagira abana ba Isiraeri 2
okubawa Abalevi ebibuga ebyokutulamu nga ba-
bigya ku busika obwobutaka bwabwe; era nama-
lundiro agokubibuga agabyetolode muliwa Aba-
levi. Nebibuga banabanga nabyo okusulamu; 3
namalundiro gako ganabanga ga bisibo byabwe
era ga bintu byabwe era ga nsolo zabwe zona.
Namalundiro agokubibuga, gemuliwa Abalevi, 4
galiva ku bugwe wekibuga nokweyongerayo emi-
kono lukumi enjuwi zona. Era muligera ebweru 5
wekibuga ku luwi olwebuvanjuba emikono enku-
mi biri, ne ku luwi olwobukika obwadyo emikono

enkumi biri, ne ku luwi olwebugwanjuba emikono enkumi biri, ne ku luwi olwobukika obwa kono emikono enkumi biri, ekibuga nga kiri wakati. Ago ge galiba gyebali amalundiro agokubibuga.
6 Nebibuga byemuliwa Abalevi, biriba bibuga omukaga ebyokudukiramu, byemuliwa omu'si womuntu okudukira omwo: era mulyongera kwebyo
7 ebibuga ana mu bibiri. Ebibuga byona byemuliwa Abalevi biriba bibuga ana mu munana; byo
8 namalundiro gako. Nebibuga byemuligya ku butaka obwabana ba Isiraeri okubigaba, ku bangi muligyako bingi; ne ku batono muligyako bitono: buli muntu ngobusikabwe bwebuliba bwalisikira, bwatyo bwaligabira Abalevi ku bibugabye.
9, 10 Mukama nagamba Musa nti Yogera nabana ba Isiraeri obagambe nti Bwemulisomoka Yolidani
11 nemuingira munsi ya Kanani, awo mulyerondera ebibuga okuba ebibuga ebyokudukiramu gyemuli; omu'si womuntu anatanga omuntu yena ngatani-
12 dwa adukire omwo. Nebibuga biriba gyemuli bya kudukiramu eri omuwolezi wegwanga; omusi womuntu aleme okufa nga tanaimirira mu maso
13 gekibina okusalirwa omusango. Nebibuga byemuliwa biriba gyemuli bibuga mukaga bya
14 kudukiramu. Muliwa ebibuga bisatu emitala wa Yolidani, era muliwa ebibuga bisatu munsi ya
15 Kanani; biriba bibuga bya kudukiramu. Eri abana ba Isiraeri neri omugenyi neri oyo atula mubo, ebibuga ebyo omukaga binabanga bya kudukiramu: buli anatanga omuntu yena nga-
16 tanidwa adukirenga omwo. Naye obanga yamukuba nekintu ekyekyuma, nokufa nafa, oyo nga musi wa muntu: omusi womuntu talemanga
17 kutibwa. Era obanga yamukuba nejinja ngalikute mu ngalo, eriinza oku'ta omuntu, nafa, oyo nga musi wa muntu: omusi womuntu talemanga
18 kutibwa. Obanga yamukuba nekintu ekyomuti ngakikute mu ngalo, ekiinza okuta omuntu, nafa,

oyo nga musi wa muntu : omusi womuntu tale-
manga kutibwa. Omuwolezi womusai ye nyini 19
yana'tanga omusi womuntu : lwamusisinkananga
lwamu'tanga. Era obanga yamufumita olwoku- 20
mukyawa, oba yamukasukira, ngateze, nokufa
nafa ; oba yamukuba nekikonde olwobulabe, no- 21
kufa nafa : eyamukuba talemanga kutibwa ; oyo
musi wa muntu : omuwolezi womusai alita omusi
womuntu, lwalimusisinkana. Naye obanga ya- 22
mufumita mangu awatali bulabe, oba yamukasu-
kira ekintu kyona nga tateze, oba ejinja lyona 23
eriinza oku'ta omuntu, nga tamulabye, nalimu-
sulako, nokufa nafa, so tabanga mulabewe, so
teyayagala kumukola bubi : awo ekibina banasa- 24
langa omusango gwoyo eyakuba nomuwolezi wo-
musai ngemisango egyo bwegiri : era ekibina 25
banawonyanga omusi womuntu mu mukono gwo-
muwolezi womusai, era ekibina banamu'zangayo
mu kibugakye ekyokudukiramu kyeyali adu-
kidemu : era anasulanga omwo okutusa kabona
omukulu eyafukibwako amafuta amatukuvu lwa-
nafanga. Naye omusi womuntu bwanabanga aise 26
ku nsalo yekibugakye ekyokudukiramu, kyadu-
kiramu ; omuwolezi womusai namusanga ngali 27
bweru wensalo yekibugakye ekyokudukiramu,
omuwolezi womusai na'ta omusi womuntu ; taba-
ngako musango gwa musai : kubanga yalema oku- 28
bera mu kibugakye ekyokudukiramu okutusa ka-
bona omukulu lweyafa : naye kabona omukulu
ngamaze okufa awo omusi womuntu anadangayo
munsi eyobutakabwe. Era ebyo binabanga teka 29
lya musango gyemuli mu mirembe gyamwe gyona
mu nyumba zamwe zona. Buli ana'tanga omuntu 30
yena, omusi womuntu anatibwanga olwakamwa
kabajulirwa : naye omujulirwa omu talumirizanga
muntu yena okumu'ta. Era temukirizanga bya 31
kununula bulamu bwa musi wa muntu, asanide
okufa : naye talemanga kutibwa. So temukiri- 32

zanga bya kununula oyo eyadukira mu kibugakye ekyokudukiramu, akomewo okutula munsi,
33 okutusa kabona lwalifa. Bwemutyo temwononanga nsi gyemulimu: kubanga omusai, ogwo gwe gwonona ensi: so nensi teinza kutangirirwa olwomusai oguyise omwo, wabula nomusai gwoyo
34 eyaguyiwa. So temwononanga nsi gyemutulamu, gyemberamu wakati: kubanga nze Mukama mbera wakati mu bana ba Isiraeri.

36

1 Awo emitwe (gyenyumba) za bakitabwe ezoluganda lwabana ba Gireada, mutabani wa Makira, mutabani wa Manase, owokung'anda za batabani ba Yusufu, nebasembera nebogerera mu maso ga Musa ne mu maso gabakulu, emitwe (gyenyumba)
2 za bakitabwe ezabana ba Isiraeri: nebogera nti Mukama yalagira mukama wange okugabira'abana ba Isiraeri ensi nobululu okuba obusika: era mukama wange yalagirwa Mukama okubagabira obusika bwa Zerofekada muganda wafe bawa-
3 labe. Era bwebanafumbirwanga yena ku bana bebika byabana ba Isiraeri (ebirala), awo obusika bwabwe bunagyibwanga ku busika bwa bakitafe, nebugatibwa ku busika obwekika kyebaliba bakyo: bwebutyo buligyibwa ku mugabo gwo-
4 busika bwafe. Awo jubiri ogwabana ba Isiraeri bwegulituka, awo obusika bwabwe buligatibwa ku busika obwekika ekiriba ekyabwe: bwebutyo obusika bwabwe buligyibwa ku busika obwekika
5 kya bakitafe. Musa nalagira abana ba Isiraeri ngekigambo kye Mukama bwekyali ngayogera nti Ekika kya batabani ba Yusufu bogera bya nsonga.
6 Kino kye kigambo Mukama kyalagira ku bawala ba Zerofekada, ngayogera nti Bafumbirwenga gwebanasimanga; kyoka mu luganda lwekika kya

kitabwe mwebanafumbirwanga. Bwekityo tewa- 7
bengawo busika bwona obwabana ba Isiraeri obu-
likyuka okuva mu kika okuingira mu kika kina-
kyo: kubanga abana ba Isiraeri banegatanga buli
muntu nobusika obwekika kya bakitabwe. Na 8
buli muwala, anabanga nobusika mu kika kyona
ekyabana ba Isiraeri, anabanga mukazi womu ku
luganda olwekika kya kitawe, abana ba Isiraeri
balyoke balye buli muntu obusika bwa bakita-
bwe. Bwekityo tewabengawo busika bwona obu- 9
likyuka okuva mu kika okuingira mu kika eki-
rala; kubanga ebika byabana ba Isiraeri banega-
tanga buli muntu nobusikabwe ye. Nga Mukama 10
bweyalagira Musa, bwebatyo bawala ba Zerofe-
kada bwebākola: kubanga Mala, Tiriza, ne Koga- 11
la, ne Mirika, ne Noa, bawala ba Zerofekada, ne-
bafumbirwa batabani ba baganda ba kitabwe. Ba- 12
fumbirwa mu ng'anda za batabani ba Manase mu-
tabani wa Yusufu, obusika bwabwe nebubera mu
kika ekyoluganda lwa kitabwe.

Ebyo bye biragiro nemisango, Mukama bye- 13
yalagira abana ba Isiraeri nomukono gwa Musa
mu nsenyi za Moabu ku Yolidani Eyeriko.

EKITABO

KYA MUSA EKYOKUTANO KYEBAITA

EKYAMATEKA OLWOKUBIRI.

1

1 Bino bye bigambo Musa byeyabulira Isiraeri
yena emitala wa Yolidani mu lukola, mu Alaba
awayolokera Sufu, wakati Wepalani Netoferi Ne-
2 rabani Nekazerosi Nedizakabu. Lwe (lugendo)
olwenaku kumi nolumu okuva Ekolebu okuita
3 awali olusozi Seira okutuka Ekadesibanea. Awo
olwatuka mu mwaka og wamakumi ana, mu mwezi
ogwekumi nogumu, ku lunaku olwomwezi ogwolu-
beryeberye, Musa nayogera nabana ba Isiraeri, nga
byona bwebyali Mukama byeyamulagira okubabu-
4 lira; bweyamala oku'ta Sikoni kabaka Wabamoli,
eyatulanga mu Keseboni, ne Oga kabaka Webasani,
5 eyatulanga mu Asitalosi, mu Ederei: emitala wa
Yolidani, munsi ya Moabu, Musa gyeyatanulira
6 okulangira amateka gano, ngayogera nti Mukama
Katonda wafe yayogerera nafe ku Kolebu, ngayo-
7 gera nti Mwalude okutula ku lusozi luno: mukyu-
ke, mutambule, mugende munsi eyensozi Eyaba-
moli, ne mu bifo byona ebiriranyewo, mu Alaba,
munsi eyensozi, ne munsi eyolusenyi, ne mu Bu-

kika obwadyo, ne ku tale lyenyanja, ensi Yabakanani, ne Lebanoni, okutusa ku muga omunene, omuga Firati. Laba, ensi ngitade mu maso gamwe: muingire, mulye ensi Mukama gyeyalairira bajaja bamwe, Ibulaimu, ne Isaka, ne Yakobo, okubawa bo nezade lyabwe eriridawo. Nange nayogera namwe mu biro ebyo, nga ng'amba nti Nze siinza kubasitula nzeka: Mukama Katonda wamwe abongede, era, laba, lero muli ngemunyenye ezomugulu okuba abangi. Mukama, Katonda wa bajaja bamwe, abongere emirundi lukumi okusinga nga bwemuli, era abawe omukisa, nga bweyabasubiza! Nze nyinza ntya nzeka okusitula okutegana kwamwe nomugugu gwamwe nokuyomba kwamwe? Mwetwalire abasaja abamagezi era abategevu era abamanyi, ngebika byamwe bwebiri, nange ndibafula abakulu bamwe. Namwe nemudamu nemwogera nti Ekigambo kyoyogede kirungi (fe) okukikola. Awo nentwala abakulu bebika byamwe, abasaja abamagezi, era abamanyi, nembafula abakulu bamwe, abami benkumi, era abami bebikumi, era abami bātano, era abami bamakumi, era abamyuka, ngebika byamwe bwebiri. Era nakutira abalamuzi bamwe mu biro ebyo, nga njogera nti Muwulirenga (ensonga) za baganda bamwe, musalirenga emisango egyensonga omuntu ne mugandawe ne munagwanga ali awamu naye. Temusalirizanga bwemunasalanga emisango; munawuliranga abato nabakulu okubenkanyankanya; temutyanga maso ga muntu; kubanga omusango gwa Katonda: era ensonga enebalemanga mugiretanga gyendi, nange nagiwuliranga. Era nabalagira mu biro ebyo byona ebyabagwanira okukola.

Awo netutambula okuva Ekolebu, netuita mu lukola luli lwona olunene olwentisa lwemwalaba, mu kubo eriita munsi eyensozi Eyabamoli, nga Mukama Katonda wafe bweyatulagira; netutuka

20 Ekadesibanea. Nembagamba nti Mutuse munsi eye-
nsozi Eyabamoli, Mukama Katonda wafe gyatuwa.
21 Laba, Mukama Katondawo atade ensi mu masogo:
yambuka olye nga Mukama Katonda wa bajajabo
22 bweyakugamba; totya so tokankana. Nemunse-
mberera buli muntu kumwe, nemwogera nti Tutu-
me abantu abanatukulembera, batukeberere ensi,
bakomewo batubulire ekubo bweriri lyetuba twa-
23 mbukiramu, nebibuga bwebiri mwetulituka. Eki-
gambo ekyo nekinsanyusa nyo: nembalondako
abantu kumi na babiri, buli kika omuntu omu:
24 nebakyuka nebalinya ku lusozi, nebatuka mu
25 kiwonvu kya Esikoli, nebakike'ta. Nebatwala
ku bibala byensi mu ngalo zabwe, nebabireta
gyetuli, nebatubulira nebogera nti Ensi eyo nungi
26 Mukama Katonda wafe gyatuwa. Naye mwe
nemutakiriza kwambuka, naye nemujemera eki-
27 ragiro kya Mukama Katonda wamwe: nemwe-
mulugunyiza mu wema zamwe, nemwogera nti
Kubanga Mukama yatukyawa, kyeyava atugya
munsi Yemisiri, okutugabula mu mikono Gyaba-
28 moli, okutuzikiriza. Twambuka wa? baganda
bafe batusanusi'za emitima gyafe, nga bogera nti
Abantu banene bawanvu okusinga fe; ebibuga
binene, byazimbibwako ebigo okutuka mu gulu;
29 era twalabayo abana Babanaka. Awo nendyoka
mbagamba nti Temubatya, so temubatekemukira.
30 Mukama Katonda wamwe abakulembera yanaba-
lwaniriranga, nga byona bwebyali byeyabakolera
31 mu Misiri mu maso gamwe; ne mu lukola,
mwewalabira Mukama Katondawo bweyakusitula
ngomusaja bwasitula omwanawe, mu kubo lyona
lyemwatambula, okutusa lwemwatuka mu kifo
32 kino. Naye mu kigambo ekyo temwakiriza Mu-
33 kama Katonda wamwe, eyabakulemberanga mu
kubo, okubanonyezanga ekifo ekyokukubiramu
ewema zamwe, ngaima mu muliro ekiro, oku-
balaganga ekubo lyemunaitamu, ne mu kire

emisana. Awo Mukama nawulira edobozi lyebi- 34
gambo byamwe, nasunguwala, nalaira ngayogera
nti Mazima tewalibawo nomu ku bantu bano 35
abemirembe gino emibi aliraba ensi enungi, gye-
nalairira okuwa bajaja bamwe, wabula Kalebu 36
omwana wa Yefune, oyo yaligiraba; era oyo
ndimuwa ensi gyeyalinyako nabanabe: kubanga
yagoberera Mukama mu byona. Mukama nansu- 37
nguwalira nze kubwamwe, ngayogera nti Nawe
toliingira omwo: Yosuwa omwana wa Nuni, 38
aimirira mu masogo, oyo aliingira omwo: mugu-
mye omwoyo; kubanga yaligisisa Isiraeri. Era 39
nabana bamwe abato, bemwayogera nga bagenda
okuba omwandu, nabana bamwe, abatamanyi lero
birungi newakubade ebibi, bo baliingira omwo, era
ndigibawa bo, era baligirya. Naye mwe mukyuke 40
mutambule mu lukola mu kubo eriita mu Nyanja
Emyufu. Nemulyoka mudamu nemung'amba 41
nti Tusobe'za ku Mukama; tunayambuka netu-
lwana, nga byona bwebiri Mukama Katonda wafe
byeyatulagira. Nemwesiba buli muntu ebibye
ebyokulwanyisa, nemwanguwa okulinya ku lusozi.
Awo Mukama nang'amba nti Bagambe nti Temu- 42
linya so temulwana; kubanga nze siri mumwe;
muleme okugobebwa mu maso gabalabe bamwe.
Awo nenjogera namwe, nemutawulira; naye ne- 43
mujemera ekiragiro kya Mukama nemukwati-
bwa amalala, nemulinya ku lusozi. Awo Abamo- 44
li abatula ku lusozi olwo, nebafuluma okubalumba
nebabagoba, ngenjuki bwezikola, nebabakubira-
kubira ku Seira okutusa ku Koloma. Nemudayo 45
nemukaba amaziga mu maso ga Mukama; naye
Mukama natawulira dobozi lyamwe, so natabate-
gera kutu. Awo nemutulira mu Kadesi enaku 46
nyingi, ngenaku bweziri zemwamalayo.

2

1 Awo netulyoka tukyuka, netutambula mu lukola
mu kubo eriita mu Nyanja Emyufu, nga Mukama
bweyang'amba: netwetololera olusozi Seira enaku
2, 3 nyingi. Mukama nayogera nange nti Mwalude
okwetolola olusozi luno: mukyuke mugende ebu-
4 kika obwa kono. Nawe lagira abantu ngoyogera
nti Mugenda kuita mu nsalo ya baganda bamwe
abana ba Esau abatula ku Seira, era bo balibatya:
5 kale mwekume nyo mweka: temuyomba nabo; ku-
banga sija kubawa kunsi yabwe newakubade awa-
linyirwa nekigere: kubanga nawa Esau olusozi
6 Seira okuba obutaka. Munagulanga emere na
feza gyebali mulyenga; era namazi munagagu-
7 langa na feza gyebali munywenga. Kubanga Mu-
kama Katondawo akuwade omukisa mu mulimu
gwona ogwomukonogwo: yamanya okutambula-
kwo mu lukola luno olunene: emyaka gino amaku-
mi ana Mukama Katondawo ngabera wamu nawe;
8 tewabangawo kyewabulwa. Awo netuita ku
mabali baganda bafe abana ba Esau abatula ku
Seira, mu kubo lya Alaba okuva mu Erasi ne
Ezionigebera.
9 Netukyuka netuita mu kubo lyomulukola lwa
Moabu. Mukama nang'amba nti Tosunguwaza
Moabu so tolwana nabo mu lutalo: kubanga sija
kukuwa kunsiye okuba obutaka; kubanga nawa
10 abana ba Luta Ala okuba obutaka. [Abemi batu-
langa omwo oluberyeberye, egwanga ekulu, era
11 edene era egwanvu nga Abanaka bwebali: era na-
bo baitibwa Balefa, nga Abanaka bwebali; naye
12 Abamoabu babaita Bemi. Era Nabakoli batula-
nga ku Seira oluberyeberye, naye abana ba Esau
nebabasikira; nebabazikiriza mu maso gabwe,
nebatula mu kifo kyabwe; nga Isiraeri bweyako-
13 la ensi eyobutakabwe Mukama gyeyabawa.] Ka-

le mugolokoke musomoke akaga Zereda. Netusomoka akaga Zereda. Era enaku zetwamala kasokede tuva Ekadesibanea okutusa lwetwasomoka akaga Zereda zali emyaka amakumi asatu mu omunana; okutusa emirembe gyona egyabalwanyi lwebagwerawo wakati mu lusisira, nga Mukama bweyabalairira. Era omukono gwa Mukama gwalwananga nabo, okubazikiriza wakati mu lusisira, okutusa lwebagwawo.

Awo olwatuka, abalwanyi bona bwebamala okugwawo era nga bafude mu bantu, Mukama nalyoka ang'amba nti Lero onoita mu Ala, ye nsalo ya Moabu: era bwonosemberera abana ba Amoni era ngobolekede, tobasunguwaza so toyomba nabo: kubanga sija kukuwa kunsi yabana ba Amoni okuba obutaka: kubanga nagiwa abana ba Luta okuba obutaka. [Era neyo eitibwa nsi ya Balefa: Balefa bagitulangamu eda; naye Abamoni babaita Bazamuzumu; egwanga ekulu era eringi era egwanvu nga Abanaka bwebali; naye Mukama yabazikiriza mu maso gabwe; nebabasikira nebatula mu kifo kyabwe: nga bweyakola abana ba Esau, abatula ku Seira, bweyazikiriza Abakōla mu maso gabwe; nebabasikira, nebatula mu kifo kyabwe okutusa lero: Nabavi abatula-nga mu byalo okutuka ku Gaza, Abakafatola abava mu Kafatola nebabazikiriza, nebatula mu kifo kyabwe.] Mugolokoke, mutambule, muite mu kiwonvu kya Alinoni: laba, ngabude mu mukonogwo Sikoni Omwamoli, kabaka Wekeseboni, nensiye: tanula okugirya, olwane naye mu lutalo. Lero nasoka okuteka entisayo nekitibwakyo ku mawanga agali wansi wegulu lyona, abaliwulira etutumolyo nebakankana nebalumwa kububwo.

Nentuma ababaka okuva mu lukola Olwekedemosi eri Sikoni kabaka Wekeseboni nebigambo ebyemirembe, nga njogera nti Mpite munsiyo:

natambuliranga mu lugudo, sija kukyama ku
28 mukono ogwadyo newakubade ogwa kono. Emere ononguzanga na feza ndyenga; nama'zi ononguzanga na feza nywenga: kyoka mpitemu ne-
29 bigere byange; ngabana ba Esau abatula ku Seira, Nabamoabu abatula mu Ala bwebankola; okutusa lwendisomoka Yolidani okugenda munsi
30 Mukama Katonda wafe gyatuwa. Naye Sikoni kabaka Wekeseboni natatuganya kuita ku mabalige: kubanga Mukama Katondawo yakakanyaza omwoyogwe, namuwaganyaza omutimagwe
31 alyoke amugabule mu mukonogwo nga lero. Mukama nang'amba nti Laba, ntanude okugabula Sikoni nensiye mu masogo: tanula okulya ensiye
32 olyoke ogisikire. Sikoni nalyoka asitula okutulumba, ye nabantube bona, okulwanira Eyakazi.
33 Mukama Katonda wafe namugabula mu maso gafe; netumu'ta ye nabanabe nabantube bona.
34 Netunyaga ebibugabye byona mu biro ebyo, netuzikiririza dala buli kibuga omuli abantu, wamu nabakazi nabana abato; tetwasigazawo nomu:
35 ente zoka zetwetwalira okuba omunyago, wamu
36 nebyo byetwagya mu bibuga byetwanyaga. Okuva ku Aloera ekiri ku bali lyekiwonvu kya Alinoni, era (okuva) ku kibuga ekiri mu kiwonvu okutusa ku Gireada, tewali kibuga ekyatulema olwobugulumivu bwakyo: Mukama Katonda wafe
37 yagabula byona mu maso gafe: kyoka tewasemberera nsi yabana ba Amoni; oluwi lwona olwomuga Yaboka, nebibuga ebyomunsi eyensozi, ne yona Mukama Katonda wafe gyeyatugana.

3

1 Netulyoka tukyuka netwambukira mu kubo erigenda Ebasani: Oga kabaka Webasani nasitula okutulumba, ye nabantube bona, okulwanira

Ederei. Mukama nang'amba nti Tomutya: ku- 2
banga mugabude ye nabantube bona nensiye mu
mukonogwo; era olimukola nga bwewakola Sikoni
kabaka Wabamoli abatula mu Keseboni. Awo 3
Mukama Katonda wafe nagabula mu mukono
gwafe ne Oga kabaka Webasani nabantube bona:
netumu'ta okutusa lwewatamusigalira nomu. Ne- 4
tunyaga ebibugabye byona mu biro ebyo; tewali
kibuga kyetutabanyagako; ebibuga nkaga, ensi
yona ya Aligobu, obwakabaka bwa Oga mu Basa-
ni. Ebyo byona byali bibuga ebyazimbibwako 5
bugwe omuwanvu nenzigi nebisiba; obutasako bi-
buga ebitalina bugwe bingi nyo. Netubizikiriri- 6
za dala nga bwetwakola Sikoni kabaka Wekese-
boni, nga tuzikiririza dala buli kibuga omuli
abantu, wamu nabakazi nabana abato. Naye ente 7
zona nebyo byetwanyaga mu bibuga, netwetwalira
okuba omunyago. Era mu biro ebyo netugya 8
ensi mu mukono gwa bakabaka bombi Ababamoli
abali emitala wa Yolidani, okuva mu kiwonvu kya
Alinoni okutusa ku lusozi Keremoni; [Keremoni 9
Abasidoni bamuita Sirioni, Nabamoli bamuita
Senira;] ebibuga byona ebyomulusenyi, ne Gire- 10
ada yona, ne Basani yona, okutusa ku Saleka ne
Ederei, ebibuga byobwakabaka bwa Oga mu Ba-
sani. [Kubanga Oga kabaka Webasani ye yasiga- 11
lawo yeka kwabo abasigalawo ku Balefa; laba,
ekitandakye kyali kya kyuma; tekiri mu Laba
ekyabana ba Amoni? obuwanvu bwakyo emiko-
no mwenda, nobugazi bwakyo emikono ena, ngo-
mukono gwomuntu bweguli.] Nensi eyo netu- 12
girya mu biro ebyo: okuva ku Aloera, ekiri ku
nabali gekiwonvu kya Alinoni, nekitundu kye-
nsi eyensozi eya Gireada, nebibuga byayo nabiwa
Abaleubeni Nabagada: nekitundu kya Gireada 13
ekyasigalawo, ne Basani yona, obwakabaka bwa
Oga, nabiwa ekitundu kyekika kya Manase; ensi
yona eya Aligobu, ye Basani yona. [Eyo eitibwa

14 nsi ya Balefa. Yaira mutabani wa Manase na-
twala oluwi lwona olwa Aligobu okutuka ku nsalo
Yabagesuli Nabamaakasi; nagituma, ye Basani,
ngerinyalye bweryali, Kavosiyaira, okutusa lero.]
15, 16 Gireada nempayo Makira. Nabaleubeni Na-
bagada nembawa okuva ku Gireada okutusa ku
kiwonvu kya Alinoni, ekiwonvu ekya wakati,
nensalo (yakyo); okutusa ku muga Yaboka, ye
17 nsalo yabana ba Amoni; era ne Alaba ne Yoli-
dani nensalo (yagwo); okuva ku Kineresi okutusa
ku nyanja ya Alaba, Enyanja Eyomunyo, awali
entunumba za Pisiga ku luwi olwebuvanjuba.
18 Nembalagira mu biro ebyo nga njogera nti
Mukama Katonda wamwe abawade ensi eno oku-
girya: munasomoka nga mukute ebyokulwanyisa
mu maso ga baganda bamwe abana ba Isiraeri,
19 abasaja bona abazira. Naye bakazi bamwe na-
bana bamwe abato nebisibo byamwe [manyi nga
mulina ebisibo bingi] binaberanga mu bibuga bya-
20 mwe byenabawa: okutusa Mukama lwalibawa
baganda bamwe okuwumula, nga namwe, era nabo
nga balide ensi Mukama Katonda wamwe gyaba-
wa emitala wa Yolidani: nemulyoka muda buli
21 muntu mu butakabwe bwenabawa. Nendagira
Yosuwa mu biro ebyo nga njogera nti Amasogo
galabye byona Mukama Katonda wamwe bya-
koze bakabaka bano bombi: bwatyo Mukama
bwalikola obwakabaka bwona gyemusomoka oku-
22 genda. Temubatyanga: kubanga Mukama Ka-
tonda wamwe, oyo yabalwanirira.
23 Nenegairira Mukama mu biro ebyo nga njoge-
24 ra nti Ai Mukama Katonda, otanude okulaga
omuduwo obukulubwo nbmukonogwo ogwama-
nyi: kubanga katonda ki ali mu gulu oba munsi
ainza okukola ngemirimugyo bwegiri era ngebi-
25 kolwabyo ebyamanyi bwebiri? Nsomoke, nkwe-
gairira, ndabe ensi enungi eri emitala wa Yolida-
26 ni, olusozi luli olulungi, ne Lebanoni. Naye

Mukama nansunguwalira nze kubwamwe natampulira: Mukama nang'amba nti Kikumale: toyogera nate nange ku kigambo ekyo. Linya ku 27
ntiko ya Pisiga, oimuse amasogo otunule ebugwanjuba nebukika obwa kono nobwadyo nebuvanjuba, olabe namasogo: kubanga tolisomoka Yolidani guno. Naye kutira Yosuwa omugumye 28
omuwe amanyi: kubanga yalisomoka ngakulembera abantu bano, era yalibasisa ensi gyoliraba. Awo netutula mu kiwonvu ekyolekera Be- 29
sipeola.

4

Nɛ kakano, gwe Isiraeri, wulira amateka ne- 1
misango, byembaigiriza, okubikolanga; mulyoke mube balamu, muingire mulye ensi Mukama Katonda wa bajaja bamwe gyabawa. Temwongera- 2
nga ku kigambo kyembalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wamwe byembalagira. Amaso gamwe galabye 3
Mukama kyeyakola olwa Baalipeola: kubanga abantu bona abagoberera Baalipeola, Mukama Katondawo yabazikiriza wakati mumwe. Naye 4
mwe abegata ne Mukama Katonda wamwe mukyali balamu buli muntu kumwe lero. Laba, 5
mbaigirizi'za amateka nemisango, nga Mukama Katonda wange bweyandagira, mukolenga bwemutyo wakati munsi gyemuingiramu okugirya. Kale mubyekumenga mubikolenga; kubanga ago 6
ge magezi gamwe nokutegera kwamwe mu maso gamawanga agaliwulira amateka ago gona negogera nti Mazima egwanga lino ekulu be bantu abamagezi era abategera. Kubanga gwanga ki eririna 7
katonda abali okumpi nga Mukama Katonda wafe bwali bwetumukowolanga? Era gwanga ki ekulu 8
eririna amateka nemisango egyensonga ngamateka gano gona bwegali, gentade mu maso gamwe lero?

9 Kyoka wegendereze wekume ememeyo ngonyikira, oleme okwerabira ebigambo amasogo byegalaba, bireme okuva mu mutimagwo enaku zona ezo-
bulamubwo; naye mubitegezenga abanabo na-
10 bana babanabo; olunaku lwewaimirira mu maso ga Mukama Katondawo ku Kolebu, Mukama bweyang'amba nti Nkung'anyiza abantu, nange nabawuliza ebigambo byange, baige okuntya enaku zona zebaliba abalamu kunsi, era baigirize
11 abana babwe. Nemusembera nemuimirira wansi wolusozi; olusozi nerwaka nomuliro okutusa ku mutima gwegulu, nekizikiza, nekire, nekizikiza
12 ekikute. Mukama nayogera namwe ngaima wakati mu muliro: mwawulira edobozi lyebigambo, naye nemutalaba kifananyi kyona; dobozi lyoka.
13 Nababulira endaganoye, gyeyabalagira okukola, ge mateka ekumi; nagawandika ku bipande bya-
14 mainja bibiri. Mukama nandagira mu biro ebyo okubaigiriza amateka nemisango, mubikolenga munsi gyemusomokera okugendamu okugirya.
15 Kale mwekume nyo; kubanga temwalaba kifananyi kyona kyona ku lunaku Mukama lweyayogera namwe ku Kolebu ngaima wakati mu mu-
16 liro: muleme okweyonona nemwekolera ekifananyi ekyole nga kifanana ekintu kyona, ekifananyi
17 kyekisaja oba ekyekikazi, ekifananyi kyensolo yona eri kunsi, ekifananyi kyenyonyi yona
18 erina ebiwawatiro ebuka mu banga, ekifananyi kyekintu kyona ekyewalula ku taka, ekifananyi kyekyenyanja kyona ekiri mu ma'zi wansi weta-
19 ka: era oleme okuimusa amasogo mu gulu, nolaba enjuba nomwezi nemunyenye, lye gye lyona eryomugulu, nosendebwasendebwa nobisinza, nobiwereza, Mukama Katondawo byeyagabira ama-
20 wanga gona agali wansi wegulu lyona. Naye Mukama yabatwala nabagya mu kikomi ekyekyuma, mu Misiri, okuba gyali abantu abenvuma,
21 nga lero. Era nate Mukama yansunguwalira

nze kubwamwe, nalaira nze obutasomoka Yolidani, newakubade okuingira munsi eyo enungi, Mukama Katondawo gyakuwa okuba obutaka: naye 22
kingwanira okufira munsi muno, teking'wanira kusomoka Yolidani: naye mwe mulisomoka nemulya ensi eyo enungi. Mwekume muleme okwe- 23
rabira endagano ya Mukama Katonda wamwe, gyeyalagana namwe, nemwekolera ekifananyi ekyole nga kirina engeri yekintu kyona, Mukama Katondawo kyeyakugana. Kubanga Mukama 24
Katondawo gwe muliro ogwokya, Katonda owobugya.

Bwolizala abana nabana babana, era nga mu- 25
maze ebiro bingi munsi, era nga mumaze okweyonona, nemwekolera ekifananyi ekyole nga kirina engeri yekintu kyona, nemukola ekiri mu maso ga Mukama Katondawo ekibi, okumusunguwaza: mpita egulu nensi okuba abajulirwa eri mwe lero, 26
nga mulizikiririra dala mangu kunsi gyemusomokera Yolidani okugendamu okugirya; temuligimalako naku nyingi, naye mulizikiririra dala. Era Mukama alibasasanya mu mawanga, era mu- 27
lisigalawo batono mu bantu, Mukama gyalibatwala ewala. Era muliwerereza eyo bakatonda, emirimu 28
gyemikono gyabantu, emiti namainja, ebitalaba newakubade okuwulira newakubade okulya newakubade okuwunyiriza. Naye nga muima eyo 29
bwemulinonya Mukama Katondawo, olimulaba, bwolimunonya nomutimagwo gwona nobulamubwo bwona. Bwoliba ngolabye enaku, era ebyo 30
byona nga bikujide, mu naku ezenkomerero olikomawo eri Mukama Katondawo, era oliwulira edobozirye: kubanga Mukama Katondawo Ka- 31
tonda wa kusasira; talikuleka, so talikuzikiriza, so talyerabira ndagano ya bajajabo gyeyabalairira. Kubanga kale buza enaku ezeda ezakusoka, okuva 32
ku lunaku Katonda lweyatonda abantu kunsi, era okuva ku nkomerero yegulu okutuka ku nkome-

rero yalyo, obanga wabangawo ekifanana ngekigambo kino ekikulu, oba kyawulirwanga ekiri bwe-
33 kityo. Wabangawo abantu abawulira edobozi lya Katonda nga lyogera nga liva wakati mu mu-
34 liro, nga gwe bwewawulira, nebaba balamu? Oba Katonda yali ageze'zako okugenda okwetwalira egwanga ngaligya wakati mu gwanga (linalyo), nokukema nobubonero nebyamagero nentalo nengalo ezamanyi nomukono ogwagololwa nebyentisa ebikulu, nga byona bwebyali Mukama Katonda wamwe byeyabakolera mu Misiri mu maso gamwe?
35 Gwe walagibwa bwotyo olyoke omanye nga Muka-
36 ma ye Katonda; tewali mulala wabula ye. Yakuwuliza edobozirye ngaima mu gulu alyoke akuigirize: ne kunsi yakulabya omulirogwe omunene; nowulira ebigambobye nga biva wakati mu mu-
37 liro. Era kubanga yayagala bajajabo, kyeyava alonda ezade lyabwe eridawo, nakugya mu Misiri
38 ye ngabera nawe olwobuinzabwe obungi; okugoba mu masogo amawanga agakusinga obukulu namanyi, okukuingiza gwe, okukuwa ensi yabwe oku-
39 ba obutaka, nga lero. Kale manya lero, era oki'se ku mwoyo, nga Mukama ye Katonda mu gulu wagulu ne munsi wansi: tewali mulala.
40 Era onekumanga amatekage nebiragirobye, byenkulagira lero, olabe ebirungi gwe nabanabo abalidawo, era omale enaku nyingi kunsi, Mukama Katondawo gyakuwa, emirembe gyona.
41 Awo Musa nalyoka ayawula ebibuga bisatu emitala wa Yolidani ku luwi olwebuvanjuba;
42 omu'si adukirenga omwo, ana'tanga mune ngatanidwa, songa tamukyawanga da; adukirenga mu
43 kimu ku bibuga ebyo abere omulamu: Bezera (ekiri) mu lukola, mu lusenyi, okuba Ekyabaleubeni; ne Lamosi (ekiri) mu Gireada okuba Ekyabagada; ne Golani (ekiri) mu Basani okuba Ekyabamanase.
44 Era gano ge mateka Musa geyateka mu maso

gabana ba Isiraeri: buno bwe bujulizi namateka 45
nemisango Musa byeyabulira abana ba Isiraeri
bwebava mu Misiri; emitala wa Yolidani, mu ki- 46
wonvu ekyolekera Besipeola, munsi ya Sikoni ka-
baka Wabamoli, eyatulanga mu Keseboni, Musa
nabana ba Isiraeri gwebakuba, bwebava mu Misi-
ri: nebalya ensiye, nensi ya Oga kabaka Weba- 47
sani, bakabaka bombi Ababamoli, ababanga emi-
tala wa Yolidani ku luwi olwebuvanjuba; okuva 48
ku Aloera, ekiri ku mabali gekiwonvu kya Ali-
noni, okutusa ku lusozi Sayuni [oyo ye Keremo-
ni], ne Alaba yona emitala wa Yolidani ku luwi 49
olwebuvanjuba, okutusa ku nyanja ya Alaba, awali
entunumba za Pisiga.

5

Awo Musa naita Isiraeri yena nabagamba nti 1
Wulira, gwe Isiraeri, amateka nemisango byenjo-
gera mu matu gamwe lero, mubiige, mubikwa-
tenga okubikola. Mukama Katonda wafe yalaga- 2
nira endagano nafe ku Kolebu. Mukama teya- 3
lagana ndagano eyo ne bajaja bafe, naye nafe fe,
abali wano fena nga balamu lero. Mukama yayo- 4
gera namwe nga mulabagana namaso ku lusozi
ngaima wakati mu muliro, [naimirira wakati wa 5
Mukama namwe mu biro ebyo, okubalaga ekiga-
mbo kya Mukama: kubanga mwali mutide olwo-
muliro, nemutalinya ku lusozi;] ngayogera nti
Nze Mukama Katondawo eyakugya munsi Ye- 6
misiri, mu nyumba yabadu.
Tobanga na bakatonda balala wendi. 7
Tewekoleranga kifananyi kyole, (ekifananyi) 8
kyekintu kyona ekiri mu gulu wagulu, newa-
kubade wansi ku taka, newakubade mu ma'zi
agali wansi wetaka: tobivunamiranga, so tobi- 9
werezanga: kubanga nze Mukama Katondawo

ndi Katonda wa bugya, awalana ku bana obubi bwa bajaja babwe, ne ku mirembe egyokusatu
10 negyokuna egyabo abankyawa; era adiramu abantu nkumi na nkumi kwabo abanjagala, abekuma amateka gange.
11 Tolairiranga bwerere linya lya Mukama Katondawo: kubanga Mukama talimulowoza nga taliko musango omuntu alairira obwerere erinyalye.
12 Okwatanga olunaku olwa Sabiti okulutukuza,
13 nga Mukama Katondawo bweyakulagira. Enaku omukaga okolanga nomala emirimugyo gyona:
14 naye olunaku olwomusanvu ye Sabiti ya Mukama Katondawo: tolukolerangako mirimu gyona gwe newakubade mutabaniwo newakubade muwalawo, newakubade omuduwo, newakubade omuzanawo, newakubade enteyo, newakubade endogoiyo, newakubade ebisolobyo byona, newakubade munagwangawo ali ewuwo; omuduwo nomuza-
15 nawo bawumulenga era nga nawe. Era onojukiranga nga wali mudu munsi Yemisiri, Mukama Katondawo nakugyamu nengalo ezamanyi nomukono ogwagololwa: Mukama Katondawo kyeyava akulagira okwekumanga olunaku olwa Sabiti.
16 Kitawo ne nyoko obasangamu ekitibwa, nga Mukama Katondawo bweyakulagira: enakuzo zibe nyingi, era olabe ebirungi kunsi Mukama Katondawo gyakuwa.
17 To'tanga.
18 So toyendanga.
19 So to'banga.
20 So towairizanga muntu muno.
21 So tewegombanga mukazi wa muntu muno; so toyayaniranga nyumba ya muntu muno, newakubade enimiroye, newakubade omuduwe, newakubade omuzanawe, newakubade enteye, newakubade endogoiye, newakubade ekintu kyona ekya muntu muno.
22 Ebigambo ebyo Mukama yabibulira ekibina

kyamwe kyona ku lusozi ngaima wakati mu muliro ne mu kire ne mu kizikiza ekikute, nedobozi dene: natayongerako birala. Nabiwandika ku bipande bibiri ebyamainja nagampa. Awo olwatu- 23
ka, bwemwawulira edobozi nga liva mu kizikiza wakati, olusozi nga lwaka omuliro, nemunsemberera, abakulu bona abebika byamwe, nabakade bamwe; nemwogera nti Laba, Mukama Katonda 24
wafe atulaze ekitibwakye nobukulubwe, era tuwulide edobozirye nga liva mu muliro wakati: tulabye lero nga Katonda ayogera nomuntu naba mulamu. Kale kakano twandifiride ki? kubanga 25
omuliro guno omunene gunatuzikiriza: bwetunawulira nate edobozi lya Mukama Katonda wafe, tunafa. Kubanga ani ku balina omubiri bona 26
eyali awulide edobozi lya Katonda omulamu nga lyogera nga liva mu muliro wakati, nga fe bwetuwulide, naba mulamu? Gwe sembera owulire 27
byona Mukama Katonda wafe byanayogera: olyoke otubulire byona Mukama Katonda wafe byanakubulira; nafe tulibiwulira netubikola. Mu- 28
kama nawulira edobozi lyebigambo byamwe bwemwayogera nange; Mukama nang'amba nti Mpulide edobozi lyebigambo byabantu bano, byebakubulide: bogede bulungi byona byebagambye. 29
Singa mulimu omutima mubo ogufanana bweguti nokutya bandintide nebekuma ebiragiro byange byona enaku zona, balyoke balabe ebirungi nabana babwe emirembe gyona! Genda obagambe 30
nti Mudeyo mu wema zamwe. Naye gwe, imirira 31
wano wendi, nange nakubulira ekiragiro kyona namateka nemisango byolibaigiriza, balyoke babikolenga munsi gyembawa okugirya. Kale muna- 32
kwatanga okukola nga Mukama Katonda wamwe bweyabalagira: temukyamanga ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono. Munatambulira- 33
nga mu kubo lyona MukamaKatonda wamwe lyeyabalagira, mulyoke mube abalamu, era mulabe

ebirungi, era mumale enaku nyingi munsi gyemulirya.

6

1 Kale kino kye kiragiro, amateka nemisango, Mukama Katonda wamwe byeyalagira okubaigiriza, mulyoke mubikolenga munsi gyemusomo-
2 kera okugendamu okugirya: otyenga Mukama Katondawo, okwekumanga amatekage gona nebiragirobye, byenkulagira gwe nomwanawo nomu-'zukuluwo, enaku zona ezobulamubwo; era olyoke
3 owangāle enaku nyingi. Kale wulira, gwe Isiraeri, okwatenga okukola kutyo; olabe ebirungi, era mwale nyo, nga Mukama Katonda wa bajajabo bweyakusubiza, munsi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki.
4 Wulira, gwe Isiraeri: Mukama Katonda wafe ye
5 Mukama omu: era onoyagalanga Mukama Katondawo nomutimagwo gwona, nememeyo yona, na-
6 manyigo gona. Era ebigambo bino byenkulagira
7 lero binabanga ku mutimagwo: era ononyikiranga okubiigiriza abanabo, era onobyogerangako bwonotulanga mu nyumbayo, era bwonotambuliranga mu kubo, era bwonogalamiranga, era
8 bwonogolokoka. Era onobisibanga okuba akabonero ku ngalozo, era binabanga ebyokukyenyi
9 wakati wamasogo. Era onobiwandikanga ku mifubeto gyenyumbayo, ne ku nzigizo.
10 Awo olulituka Mukama Katondawo bwalikuingiza munsi gyeyalairira bajajabo, Ibulaimu ne Isaka ne Yakobo okugikuwa: ebibuga ebinene
11 ebirungi byotazimba, nenyumba ezijula ebirungi byona, zotajuza, nebidiba ebyasimibwa, byotasima, ensuku ezemizabibu nemizeituni, gyotasimba,
12 nolya no'kuta; nolyoka wekuma oleme okwerabira Mukama, eyakugya munsi Yemisiri, mu nyu-
13 mba yobudu. Onotyanga Mukama Katondawo;

era oyo onomuwerezanga, era erinyalye lyonolairanga. Temugobereranga bakatonda balala, ku 14
bakatonda abamawanga agabetolode; kubanga 15
Mukama Katondawo ali wakati wamwe ye
Katonda owobugya; obusungu bwa Mukama
Katondawo buleme okukwakirako, nakuzikiriza
okukugya ku maso gensi.

Temukemanga Mukama Katonda wamwe, nga 16
bwemwamukemera Emasa. Munanyikiranga okwe- 17
kuma ebiragiro bya Mukama Katonda wamwe
nebyo byeyategeza, namatekage, geyakulagira.
Era onokolanga ekiri mu maso ga Mukama 18
ekitukirivu era ekirungi: olyoke olabe ebirungi,
era oingire olye ensi enungi Mukama gyeyalairira
bajajabo, okugobamu abalabebo bona mu masogo, 19
nga Mukama bweyayogera.

Omwanawo bwakubuzanga mu biro ebigenda 20
okuja, ngayogera nti Ebyo byeyategeza, namateka, nemisango Mukama Katonda wafe byeyabalagira, amakulu gabyo ki? nolyoka ogamba omwa- 21
nawo nti Twali badu ba Falao mu Misiri; Mukama natugya mu Misiri nengalo ezamanyi: era 22
Mukama nalaga obubonero nebyamagero, ebinene
era ebizibu, ku Misiri, ku Falao, ne ku nyumbaye
yona, mu maso gafe: natugya omwo, alyoke atu- 23
ingize, okutuwa ensi gyeyalairira bajaja bafe. Era 24
Mukama natulagira okukolanga amateka ago gona,
okutyanga Mukama Katonda wafe, olwobulungi
bwafe enaku zona, alyoke atukume tuleme okufa,
nga lero. Era kiriba butukirivu gyetuli, bwetu- 25
nakwatanga okukola ekiragiro kino kyona mu
maso ga Mukama Katonda wafe, nga bweyatulagira.

7

1 Mukama Katondawo bwalikuingiza munsi gyo-
genda okugirya, nasimbula mu masogo amawanga
mangi, Omukiti, Nomugirigasi, Nomwamoli, No-
mukanani, Nomuperizi, Nomukivi, Nomuyebusi,
amawanga musanvu agakusinga obukulu nama-
2 nyi; era Mukama Katondawo bwalibagabula mu
masogo, nawe noba'ta; nolyoka obazikiririza dala;
tolagananga nabo ndagano yona, so tobalaganga
3 kisa: so tofumbiriganwanga nabo; omuwalawo
tomuwanga mutabaniwe, so nomuwalawe tomuwa-
4 sizanga mutabaniwo. Kubanga alikyusa mutaba-
niwo obutangoberera, bawerezenga bakatonda aba-
lala: obusungu bwa Mukama bulyaka bwebutyo
5 kumwe, era alikuzikiriza mangu. Naye bwemuti
bwemunabakolanga; munamenyamenyanga ebyo-
to byabwe, munabetentanga nempagi zabwe, mu-
natematemanga ne Bāsera babwe, nebifananyi
6 byabwe ebyole munabyokyanga omuliro. Kuba-
nga gwoli gwanga tukuvu eri Mukama Katonda-
wo: Mukama Katondawo yakulonda okuba egwa-
nga eryenvuma gyali, okusinga amawanga gona
7 agali ku maso gensi. Mukama teyabasako kwaga-
lakwe, so teyabalonda, kubanga mwasinga egwa-
nga lyona obungi; kubanga mwali batono okusi-
8 nga amawanga gona: naye kubanga Mukama
abagala, era kubanga ayagala okukwata ekirairo
kyeyalairira bajaja bamwe, Mukama kyeyava aba-
gyamu nengalo ezamanyi, nabanunula mu nyumba
yabadu, mu mukono gwa Falao kabaka Wemisiri.
9 Kale manya nga Mukama Katondawo ye Kato-
nda; Katonda omwesigwa, akwata endagano no-
kusasira eri abo abamwagala nebekuma ebira-
10 girobye okutusa emirembe olukumi; asasula abo
abamukyawa ngalabagana namaso, okubazikiriza:
talidirira eri oyo amukyawa, naye alimusasula

ngalabagana namaso. Kale onekumanga ekiragiro 11
ekyo, namateka, nemisango, byenkulagira lero,
okubikolanga.

Awo olulituka kubanga muwulira emisango 12
gino, nemugikwata, nemugikola, Mukama Kato-
ndawo alikukwatira endagano nokusasira byeya-
lairira bajajabo: era alikwagala, alikuwa omuki- 13
sa, alikwaza: era aliwa omukisa ebibala byomu-
birigwo nebibala byetakalyo, eng'anoyo nomwe-
ngegwo namafutago, ezade lyentezo nabana be-
mbuzizo, munsi gyeyalairira bajajabo okukuwa.
Oliba nomukisa okusinga amawanga gona: tewaliba 14
mugumba mumwe newakubade omusaja newaku-
bade omukazi, newakubade mu bisibobyo. Era 15
Mukama alikugyako obulwade bwona; so talikusako nemu ku ndwade embi Ezemisiri, zomanyi,
naye anazisanga kwabo bona abakukyawa. Era 16
olizikiriza amawanga gona Mukama Katondawo
galikugabula; amasogo tegalibasasira: so towere-
zanga bakatonda babwe; kubanga ekyo kiriba
kyambika gyoli. Bwolyogera mu mutimagwo 17
nti Amawanga gano gansinga obungi; nyinza
ntya okubanyaga? tobatyanga: onojukiriranga 18
dala Mukama Katondawo bweyakola Falao,
Nemisiri yona; okukemebwa okunene amasogo 19
kwegalaba, nobubonero, nebyamagero, nengalo
ezamanyi, nomukono ogwagololwa, Mukama
Katondawo byeyakugyisamu: bwatyo Mukama
Katondawo bwanakolanga amawanga gona gotya.
Era Mukama Katondawo alituma mubo enumba, 20
okutusa abo abalisigalawo nebekweka lwebaliziki-
rira mu masogo. Tobatekemukiranga: kubanga 21
Mukama Katondawo ali wakatiwo, Katonda omu-
kulu era owentisa. Era Mukama Katondawo ana- 22
simbulanga amawanga gali mu masogo kina limu:
toliinza kubamalawo mulundi gumu, ensolo ezo-
munsiko zireme okweyongera okukuinga. Naye 23
Mukama Katondawo alibagabula mu masogo, era

aliberalikiriza okweralikirira okungi, okutusa lwe-
24 balizikirira. Era aligabula bakabaka babwe mu mukonogwo, era olizikiriza erinya lyabwe okuva wansi wegulu: tewaliba muntu aliinza okuimirira
25 mu masogo, okutusa lwolibazikiriza. Ebifananyi ebyole ebya bakatonda babwe munabyokyanga omuliro: tewegombanga feza newakubade zabu ebiriko, so tewetwaliranga, oleme okutegebwa mwebyo: kubanga mizizo eri Mukama Katondawo:
26 so toletanga kintu kya muzizo mu nyumbayo, nawe nofuka ekyakolimirwa okufanana nga kyo: onokikyairanga dala, era onokitamirwanga dala; kubanga kintu ekyakolimirwa.

8

1 Ekiragiro kyona kyenkulagira lero munakwatanga okukikola, mulyoke mubeabalamu, mwale, muingire mulye ensi Mukama gyeyalairira bajaja
2 bamwe. Era onojukiranga olugendo lwona Mukama Katondawo lweyakutambuliza emyaka gino amakumi ana mu lukola, akutowaze, akukeme, okumanya ebyali mu mutimagwo, obanga ogenda
3 okwekuma ebiragirobye oba siwewawo. Nakutowaza nakulumya enjala, nakulisa emanu, gyewali tomanyi, so ne bajajabo tebagimanyanga; akutegeze ngomuntu taba mulamu na mere yoka, naye olwa buli ekiva mu kamwa ka Mukama omuntu
4 kyava aba omulamu. Ebyambalobyo tebyakadira kugwe, so nekigerekyo tekyazimbanga, emyaka
5 gino amakumi ana. Era onolowozanga mu mutimagwo ngomuntu nga bwakangavula omwanawe, bwatyo Mukama Katondawo bwakukangavula
6 gwe. Era onekumanga ebiragiro bya Mukama Katondawo, okutambuliranga mu makuboge, no-
7 kumutya. Kubanga Mukama Katondawo akuingiza munsi enungi, ensi eyemiga gyama'zi, eye-

nzi'zi nebidiba, agakulukutira mu biwonvu ne ku
nsozi; ensi eyeng'ano ne sairi, nemizabibu nemi- 8
tini nemikomamawanga; ensi eyemizeituni nomu-
bisi gwenjuki; ensi mwonoliranga emere nete- 9
bula, tolibako kyobulwa omwo; ensi amainja
gayo kyuma, ne mu nsozi zayo oinza okusima ebi-
komo. Era onolyanga no'kuta, newebaza Muka- 10
ma Katondawo olwensi enungi gyeyakuwa. We- 11
kume oleme okwerabira Mukama Katondawo,
obutekuma biragirobye na misangogye namate-
kage byenkulagira lero: bwolimala okulya no'ku- 12
ta, era ngomaze okuzimba enyumba enungi noku-
tula omwo; era entezo nembuzizo nga zaze, ne 13
fezayo ne zabuyo nga zaze, ne byona byolina nga
byaze; awo omutimagwo guleme okugulumizi- 14
bwa, newerabira Mukama Katondawo, eyakugya
munsi Yemisiri, mu nyumba yobudu; eyakuisa 15
mu lukola olunene era olwentisa, omwali emisota
egyomuliro nenjaba ezobusagwa netaka erirumwa
enyonta awatali ma'zi; eyakugyira ama'zi mu
lwazi olwembalebale; eyakulisa mu lukola ema- 16
nu, bajajabo gyebatamanyanga; akutowaze, aku-
keme, akukole bulungi ku nkomereroyo: era 17
oleme okwogera mu mutimagwo nti Obuinza bwa-
nge namanyi gomukono gwange bye binfunide
obugaga buno. Naye onojukiranga Mukama Ka- 18
tondawo, kubanga oyo yakuwa obuinza okufuna
obugaga; anyuweze endaganoye gyeyalairira ba-
jajabo, nga lero. Awo olulituka, bwolyerabira 19
Mukama Katondawo nogoberera bakatonda abala-
la nobawereza nobasinza, mbategeza lero nga te-
mulirema kuzikirira. Ngamawanga Mukama ga- 20
zikiriza mu maso gamwe, bwemulizikirira bwe-
mutyo; kubanga temwakiriza kuwulira dobozi
lya Mukama Katonda wamwe.

9

1 Wulira, gwe Isiraeri: ogenda okusomoka Yo-
lidani lero, okuingira okulya amawanga agakusi-
nga obunene namanyi, ebibuga ebinene ebyazimbi-
2 bwako ebigo okutuka mu gulu, abantu abanene
abawanvu, abana Babanaka, bomanyi, era bewa-
wulirako nga bagamba nti Ani ainza okuimirira
3 mu maso gabana ba Anaka? Kale manya lero
nga Mukama Katondawo ye wuyo asomoka oku-
kukulembera ngomuliro ogwokya; yalibazikiriza,
era alibame'ga mu masogo: bwotyo bwolibago-
bamu, nobazikiriza mangu, nga Mukama bweya-
4 kugamba. Toyogeranga mu mutimagwo, Mukama
Katondawo bwalimala okubasindika mu masogo,
ngogamba nti Olwobutukirivu bwange Mukama
kyavude anyingiza okulya ensi eno: kubanga
olwobubi bwamawanga ago Mukama kyava aga-
5 goba mu masogo. Si lwa butukirivubwo so si lwa
bugolokofu bwa mutimagwo, kyova oingira okulya
ensi yabwe: naye olwobubi bwamawanga ago
Mukama Katondawo kyava agagoba mu masogo,
era alyoke anyuweze ekigambo Mukama kyeya-
lairira bajajabo, Ibulaimu, Isaka, ne Yakobo.
6 Kale manya nga Mukama Katondawo takuwa nsi
eno nungi okugirya lwa butukirivubwo; kubanga
7 oli gwanga eririna ensingo enkakanyavu. Jukira,
tewerabiranga bwewasunguwaza Mukama Kato-
ndawo mu lukola: okuva ku lunaku lwewaviramu
munsi Yemisiri okutusa lwemwaja mu kifo kino,
8 mujemera Mukama. Era ne ku Kolebu mwasu-
nguwaza Mukama, Mukama nabanyigira okubazi-
9 kiriza. Bwenali nga maze okulinya ku lusozi
okuwebwa ebipande ebyamainja, bye bipande
ebyendagano Mukama gyeyalagana namwe, ne-
ndyoka mala ku lusozi enaku amakumi ana
emisana nekiro; salyanga mere so sanywanga

ma'zi. Mukama nampa ebipande bibiri ebya- 10
mainja ebyawandikibwako nengalo ya Katonda;
era kubyo kwawandikibwa ngebigambo byona
bwebiri, Mukama byeyayogera namwe ku lusozi
ngaima wakati mu muliro ku lunaku olwo-
kukung'anirako. Awo olwatuka enaku ama- 11
kumi ana bwezaitawo emisana nekiro, Mukama
nampa ebipande ebibiri ebyamainja, bye bipande
ebyendagano. Mukama nang'amba nti Golokoka 12
ove wano oserengete mangu; kubanga abantubo
bewagya mu Misiri beyononye; bakyamye ma-
ngu okuva mu kubo lyenabalagira; bekolede eki-
fananyi ekisanuse. Era Mukama neyeyongera na- 13
ng'amba nti Ndabye egwanga lino, era, laba, lye
gwanga eririna ensingo enkakanyavu: ndeka 14
mbazikirize, nsangule erinya lyabwe wansi wegu-
lu: era ndifula gwe egwanga eribasinga amanyi
nobukulu. Awo nenkyuka nenva ku lusozi, era 15
olusozi nga lwaka omuliro: nebipande ebyenda-
gano byombi nga biri mu mikono gyange gyombi.
Nentunula, era, laba, mwali mumaze okusobya 16
ku Mukama Katonda wamwe; mwali mumaze
okwekolera enyana ensanuse: mwali mumaze oku-
kyama amangu okuva mu kubo Mukama lyeya-
balagira. Nenkwata ebipande byombi, nembi- 17
sula mu mikono gyange gyombi, nembimenya mu
maso gamwe. Nenvunamira mu maso ga Mu- 18
kama, ngoluberyeberye, enaku amakumi ana emi-
sana nekiro; salyanga mere so sanywanga ma'zi;
olwokwonona kwamwe kwona kwemwayonona, nga
mukola ekyali mu maso ga Mukama ekibi okumu-
sunguwaza. Kubanga natya obusungu nekiruwi, 19
Mukama bweyali abasunguwalide okubazikiriza.
Naye Mukama nampulira nomulundi guli. Mu- 20
kama nasunguwalira nyo Aloni okumuzikiriza:
era nensabira ne Aloni mu biro ebyo. Nenzirira 21
ekibi kyamwe, enyana gyemwali mukoze, nengyo-
kya omuliro, nengisambirira, nga ngisekulasekula

nyo, okutusa lweyafanana ngenfufu: nensula enfufu yayo mu kaga akaserengeta okuva ku lusozi.
22 Era Etabera, Nemasa, Nekiberosikataava mwasu-
23 nguwalizayo Mukama. Awo Mukama bweyabatuma okuva Ekadesibanea, ngayogera nti Mwambuke mulye ensi gyembawade; nemulyoka mujemera ekiragiro kya Mukama Katonda wamwe, so temwamukiriza, so temwawulira dobozirye.
24 Mujemera Mukama okuva ku lunaku lwenabama-
25 nya. Awo nenvunamira mu maso ga Mukama enaku amakumi ana emisana nekiro zenavunamirira; kubanga Mukama yali ayogede ngagenda
26 okubazikiriza. Nensaba Mukama nenjogera nti Ai Mukama Katonda, tozikiriza bantubo na busikabwo, bewanununla olwobukulubwo, bewagya mu
27 Misiri nengalo ezamanyi. Jukira abadubo, Ibulaimu, Isaka, ne Yakobo; totunulira bukakanyavu bwa bantu bano newakubade obubi bwabwe
28 newakubade okwonona kwabwe: ensi gyewatugyamu ereme okwogera nti Kubanga Mukama teyainza kubaleta munsi gyeyabasubiza, era kubanga yabakyawa, kyeyava abafulumya mu lukola
29 okuba'ta. Naye be bantubo, era bwe busikabwo, bewagyamu nobuinzabwo obungi nomukonogwo ogwagololwa.

10

1 Mu biro ebyo Mukama nang'amba nti Wetemere ebipande bibiri ebyamainja ebifanana ngebyoluberyeberye, olinye gyendi ku lusozi, weko-
2 lere esanduke eyomuti. Era nawandika ku bipande ebigambo ebyali ku bipande ebyoluberyeberye byewamenya, era onobiteka mu sanduke.
3 Awo nenkola esanduke eyomuti gwa sita, nentema ebipande bibiri ebyamainja ebifanana ngebyoluberyeberye, neninya ku lusozi, nga nkute
4 ebipande ebibiri mu ngalo zange. Nawandika ku

bipande, ngokuwandika okwoluberyeberye bwekwali, amateka ekumi, Mukama geyababulira ku lusozi ngaima wakati mu muliro ku lunaku olwokukung'anirako: Mukama nabimpa. Nenkyuka nenva ku lusozi, nenteka ebipande mu sanduke, gyenali nkoze; era biri omwo, nga Mukama bweyandagira. [Abana ba Isiraeri nebatambula okuva Ebeerosibeneyaakani okutuka Emosera: Aloni nafira eyo, era eyo gyeyazikibwa; Ereazala mutabaniwe nawerezanga mu bwakabona mu kifokye. Nebavayo nebatambula okutuka Egudagoda; nebava Egudagoda nebatambula okutuka Eyotabasa, ensi eyemiga egyama'zi. Mu biro ebyo Mukama nayawula ekika kya Levi, okusitulanga esanduke eyendagano ya Mukama, okuimirira mu maso ga Mukama okumuwerezanga, nokwebazanga nerinyalye, ne lero. Levi kyava alema okuba nomugabo newakubade obusika awamu ne bagandabe; Mukama bwe busikabwe, nga Mukama Katondawo bweyamugamba.] Nemala enaku amakumi ana emisana nekiro ku lusozi, ngomulundi ogwoluberyeberye: Mukama nampulira nomulundi ogwo; Mukama nga tagenda kukuzikiriza. Mukama nang'amba nti Golokoka, otambule ku lugendolwo ngokulembera abantu; era baliingira balirya ensi gyenalairira bajaja babwe okubawa.

Ne kakano, Isiraeri, Mukama Katondawo akwagaza ki wabula okutyanga Mukama Katondawo, okutambuliranga mu makuboge gona, nokumwagala, nokuwereza Mukama Katondawo nomutimagwo gwona, nemeyo yona, okwekumanga ebiragiro bya Mukama namatekage, byenkulagira lero olwobulungibwo? Laba, Mukama Katondawo ye nanyini gulu, negulu erya wagulu, ensi era nebigirimu byona. Mukama yasanyukira busanyukizi bajajabo okubagala, nalonda ezade lyabwe eryadawo, ye mwe okusinga amawanga gona,

16 nga lero. Kale mukomole ekikuta kyomutima
gwamwe, so temubanga nate ba nsingo nkakanya-
17 vu. Kubanga Mukama Katonda wamwe ye Ka-
tonda wa bakatonda, era Mukama wabami, Ka-
tonda omukulu, owamanyi era owentisa, atatya
18 maso ga bantu, so talya nguzi. Asalira omusa-
ngo mulekwa ne munamwandu, era ayagala mu-
nagwanga, ngamuwa ebyokulya nebyokwambala.
19 Kale mwagalenga munagwanga: kubanga mwali
20 banagwanga munsi Yemisiri. Onotyanga Muka-
ma Katondawo; oyo gwonowerezanga; era oyo
gwonegatanga naye, nerinyalye lyonolairanga.
21 Oyo lye tendolyo, era ye Katondawo, eyakukolera
ebyo ebikulu era ebyentisa, amasogo byegalaba.
22 Bajajabo baserengeta mu Misiri nga balina abantu
nsanvu; ne kakano Mukama Katondawo akufude
ngemunyenye ezomugulu olwobungi.

11

1 Kale onoyagalanga Mukama Katondawo, ne-
wekuma byeyakutira namatekage nemisangogye
2 nebiragirobye enaku zona. Era mumanye lero:
kubanga sogera na bana bamwe abatanamanya
era abatanalaba kukangavula kwa Mukama Kato-
nda wamwe, obukulubwe, engaloze ezamanyi, no-
3 mukonogwe ogwagololwa, nobubonerobwe, nemi-
rimugye, byeyakolera wakati mu Misiri Falao
4 kabaka Wemisiri nensiye yona; era kyeyakolera
egye Eryemisiri, embalasi zabwe namagali gabwe;
bweyabakulukusizako ama'zi Agenyanja Emyufu
bwebali nga babagoberera, era Mukama bweyaba-
5 zikiriza okutusa lero; era byeyabakolera mu lu-
6 kola okutusa lwemwaja mu kifo kino; era kyeya-
kola Dasani ne Abiramu, abana ba Eriabu, omwa-
na wa Leubeni; ensi bweyayasamya akamwa kayo,
nebamira bugobo, nabomunyumba zabwe, newema

zabwe, na buli kintu kiramu ekyabagoberera, wakati mu Isiraeri yena: naye amaso gamwe galaba 7
omulimu gwona omukulu ogwa Mukama gweyakola. Kale munekumanga ekiragiro kyona kyenku- 8
lagira lero, mulyoke mube namanyi, muingire mulye ensi gyemusomokera okugendamu okugirya;
era mulyoke mumale enaku nyingi kunsi, Mukama 9
gyeyalairira bajaja bamwe okugibawa nezade lyabwe, ensi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki.
Kubanga ensi gyoingiramu okugirya, tefanana 10
ngensi Yemisiri mwemwava, mwewasigiranga
ensigozo nogifukirira ama'zi nekigerekyo, ngeni-
miro yenva: naye ensi gyemusomokera okuge- 11
ndamu okugirya ye nsi eyebiwonvu nensozi,
enywa ama'zi agenkuba eva mu gulu: ensi Mu- 12
kama Katondawo gyayagala; amaso ga Mukama
Katondawo guba kuyo enaku zona, okuva omwaka wegusokera okutusa ku nkomerero yagwo.

Awo olulituka bwemunanyikiranga okuwulira 13
ebiragiro byange byembalagira lero, okwagala
Mukama Katonda wamwe, nokumuwereza nomutima gwamwe gwona nememe yamwe yona, na- 14
tonyesanga enkuba yensi yamwe mu ntuko zayo,
enkuba eya dumbi neya togo, okungulenga eng'a-
noyo nomwengegwo namafutago. Era nawanga 15
omudo mu nimirozo olwebisibobyo, era onolyanga
no'kuta. Mwekume omutima gwamwe guleme 16
okulimbibwa, nemukyama, nemuwereza bakato-
nda abalala nemubasinza; obusungu bwa Muka- 17
ma nebubakako, nagalawo egulu, enkuba obuta-
tonyanga, nensi obutabala bibala byayo; nemuzi-
kirira mangu okuva kunsi enungi Mukama gya-
bawa. Kale mutereke ebigambo byange ebyo 18
mu mutima gwamwe ne mu meme yamwe; era
munabisibanga okuba akabonero ku mikono gya-
mwe, era binabanga ebyokukyenyi wakati wa-
maso gamwe. Era munabiigirizanga abana ba- 19
mwe, nga mubinyumya, bwonotulanga mu nyu-

mbayo, era bwonotambuliranga mu kubo, era
20 bwonogalamiranga, era bwonogolokokanga. Era
onobiwandikanga ku mifubeto gyenyumbayo ne
21 ku nzigizo: enaku zamwe zeyongere, nenaku eza-
bana bamwe, kunsi Mukama gyeyalairira bajaja
bamwe okubawa, ngenaku ezegulu eriri wagulu
22 wensi. Kubanga bwemunanyikiranga okwekuma
ekiragiro kino kyona kyembalagira, okukikola;
okwagalanga Mukama Katonda wamwe, okuta-
mbuliranga mu makuboge gona, nokwegata naye;
23 Mukama anagobangamu amawanga gano gona
mu maso gamwe, mwe nemulya amawanga aga-
24 basinga obunene namanyi. Buli kifo ekinalinyi-
bwangamu ekigere kyamwe kinabanga kyamwe:
okuva ku dungu ne Lebanoni, okuva ku muga,
omuga Firati, okutuka ku nyanja eyomumabega
25 we waliba ensalo yamwe. Tewaliba muntu alii-
nza okuimirira mu maso gamwe: Mukama Ka-
tonda wamwe anatekanga ekitibwa kyamwe ne-
ntisa yamwe kunsi yona kwemunalinyanga, nga
bweyabagamba.
26 Laba, lero nteka mu maso gamwe omukisa no-
27 kukolimirwa; omukisa bwemuliwulira ebiragiro
bya Mukama Katonda wamwe, byembalagira lero:
28 nokukolimirwa, bwemutaliwulira biragiro bya
Mukama Katonda wamwe, naye nemukyama
okuva mu kubo lyembalagira lero, okugoberera
bakatonda abalala bemutamanyanga.
29 Awo olulituka Mukama Katondawo bwalikui-
ngiza munsi gyogendamu okugirya, oliteka omu-
kisa ogwo ku lusozi Gerizimu, nokukolimirwa
30 okwo ku lusozi Ebali. Ezo si mitala wa Yolida-
ni, enyuma wekubo eryebugwanjuba, munsi Eya-
bakanani abatula mu Alaba, ekyolekera Girigali,
31 ku mabali gemyera gya Mole? Kubanga mu-
genda okusomoka Yolidani okuingira okulya ensi
Mukama Katonda wamwe gyabawa, era muligirya,
32 nemutula omwo. Era munakwatanga okukola

amateka gona nemisango byenteka mu maso gamwe lero.

12

Gano ge mateka nemisango, byemunakwatanga okukola munsi Mukama Katonda wa bajajabo gyeyakuwa okugirya, enaku zona zemuliberera abalamu kunsi. Temulirema kuzikiriza bifo byona amawanga gemulirya mwebawererezanga bakatonda babwe, ku nsozi empanvu, ne ku busozi, ne wansi wa buli muti omubisi : era munasulanga ebyoto byabwe, era munamenyamenyanga empagi zabwe, era munayokyanga Abāsera babwe nomuliro ; era munatematemanga ebifananyi ebyole ebya bakatonda babwe ; era mulizikiriza erinya lyabwe mu kifo omwo. Temukolanga bwemutyo Mukama Katonda wamwe. Naye mu kifo Mukama Katonda wamwe kyalyeroboza mu bika byamwe byona okuteka omwo erinyalye, kye kifo mwatula, munanonyangayo, era onojangayo : era munaletanga eyo ebyo byemuwayo ebyokebwa, sadaka zamwe, nebitundu byamwe ebyekumi, nekiwebwayo ekisitulibwa ekyomukono gwamwe, nobweyamo bwamwe, nebyo byemuwayo kubwamwe, nebiberyeberye byente zamwe nebyendiga zamwe : era munaliranga eyo mu maso ga Mukama Katonda wamwe, era munasanyukiranga ebyo byona byemunasangako emikono gyamwe, mwe nabomunyumba zamwe, Mukama Katondawo mweyakuwera omukisa. Temukolanga ngebyo byona bwebiri byetukola wano lero, buli muntu ekiri mu masoge ekirungi : kubanga temunatuka mu kuwumula ne mu busika, Mukama Katonda wamwe bwakuwa. Naye bwemulisomoka Yolidani nemutula munsi Mukama Katonda wamwe gyabasisa, nabawa okuwumula eri abalabe bamwe bona abalibetolola nokutula nemutula mirembe ;

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10

11 awo olulituka mu kifo Mukama Katonda wamwe
kyalyeroboza okutuza omwo erinyalye, munaleta-
nga eyo byona byembalagira, ebyo byemuwayo
ebyokebwa, nesadaka zamwe, ebitundu byamwe
ebyekumi, nekiwebwayo ekisitulibwa ekyomu-
kono gwamwe, nobweyamo bwona obusinga obu-
12 lungi bwemweyama Mukama: era munasanyu-
kanga mu maso ga Mukama Katonda wamwe,
mwe ne batabani bamwe ne bawala bamwe nabadu
bamwe nabazana bamwe Nomulevi ali munda
wenzigi zamwe, kubanga talina mugabo newaku-
13 bade obusika wamu namwe. Wekume oleme
okuwerayo ebyo byemuwayo ebyokebwa mu buli
14 kifo kyolaba: naye mu kifo Mukama kyalyero-
boza mu kimu ku bika byamwe, eyo gyonoweranga
ebyo byowayo ebyokebwa era eyo gyonokoleranga
15 byona byenkulagira. Naye oinza oku'ta enyama
nokugirya munda wenzigizo zona, ngokwagala
kwona okwememeyo bwekunabanga, ngomukisa
gwa Mukama Katondawo gweyakuwa: abatali
balongofu nabalongofu bainza okugiryako, nga
16 bwebalya ku mpeyo ne ku njaza. Kyoka temu-
lyanga ku musai; onogufukanga ku taka nga-
17 ma'zi. Toliranga munda wenzigizo kitundu ekye-
kumi ekyeng'anoyo, newakubade ekyomwenge-
gwo, newakubade ekyamafutago, newakubade ebi-
beryeberye byentezo newakubade ebyendigazo,
newakubade ekintu kyona kwebyo byeweyama,
newakubade ebyo byowayo kububwo, newaku-
bade ekiwebwayo ekisitulibwa ekyomukonogwo:
18 naye onobiriranga mu maso ga Mukama Kato-
ndawo mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza,
gwe ne mutabaniwo ne muwalawo nomuduwo no-
muzanawo Nomulevi ali munda wenzigizo: era
onosanyukiranga ebyo byona byonosangako omu-
19 konogwo mu maso ga Mukama Katondawo. We-
kume oleme okwabulira Omulevi enaku zona
zoliberera omulamu kunsiyo.

Mukama Katondawo bwaligaziya ensaloyo, nga 20
bweyakusubiza, nawe noyogera nti Nalya enyama,
kubanga ememeyo eyagala okulya enyama ; oinza
okulya enyama, ngokwagala kwona okwememeyo
bwekuli. Obanga ekifo Mukama Katondawo kya- 21
lyeroboza okuteka omwo erinyalye kiriinga oku-
kuba ewala, ono'tanga kuntezo ne ku mbuzizo,
Mukama zeyakuwa, nga bwenakulagira, era ono-
liranga munda wenzigizo, ngokwagala kwona
okwememeyo bwekunabanga. Ngempeyo nenja- 22
za bweziribwa, bwotyo bwonogiryangako: atali
mulongofu nomulongofu banagiryangako okwe-
nkanankana. Kyoka wetegereze oleme okulya ku 23
musai: kubanga omusai bwe bulamu ; so tolyanga
bulamu wamu nenyama. Togulyanga ; onogufu- 24
kanga ku taka ngama'zi. Togulyanga ; olyoke 25
olabe ebirungi nabanabo abalidawo, bwonokola-
nga ekiri mu maso ga Mukama ekirungi. Kyoka 26
ebitukuvubyo byolina nobweyamobwo onobidira-
nga noingira mu kifo Mukama kyalyeroboza ; era 27
onowerangayo ebyo byowayo ebyokebwa, enyama
nomusai, ku kyoto kya Mukama Katondawo: era
omusai gwa sadakazo gunafukibwanga ku kyoto
kya Mukama Katondawo, nawe onolyanga enya-
ma. Kwata owulire ebigambo ebyo byona bye- 28
nkulagira, olyoke olabe ebirungi nabanabo abali-
dawo emirembe gyona, bwonokolanga ekiri mu
maso ga Mukama Katondawo ekirungi era ekye-
nsonga.

Mukama Katondawo bwalizikiriza amawanga 29
mu masogo, gyoingira okugalya, nogalya, notula
munsi yabwe ; wekume oleme okutegebwa okuga- 30
goberera, bwegalimala okuzikirira mu masogo ;
era oleme okubuza ebya bakatonda babwe ngoyo-
gera nti Amawanga gano gawereza gatya bakato-
nda babwe ? era nange bwenakolanga bwentyo.
Tokolanga bwotyo Mukama Katondawo : kuba- 31
nga buli kigambo Mukama kyaita ekyomuzizo

kyakyawa bali bākikola bakatonda babwe ; kubanga ne batabani babwe ne bawala babwe babokya omuliro eri bakatonda babwe.

32 Buli kigambo kyembalagira munakikwatanga okukola: tokyongerangako, so tokisalangako.

13

1 Bwewanabangawo wakati mugwe nabi oba omulosi webiroto, nakuwa akabonero oba ekya-
2 magero, akabonero ako oba ekyamagero ekyo nekitukirira, kyeyakugambako ngayogera nti Tugoberere bakatonda abalala botomanyanga, era tu-
3 bawereze ; towuliranga bigambo bya nabi oyo oba omulosi webiroto oyo : kubanga Mukama Katonda wamwe ngabakema okumanya nga mumwagala Mukama Katonda wamwe nomutima gwa-
4 mwe gwona nememe yamwe yona. Munatambulanga okugoberera Mukama Katonda wamwe nemwekuma ebiragirobye nemuwulira edobozirye,
5 era munamuwerezanga, nemwegata naye. Era nabi oyo oba omulosi webiroto ana'tibwanga; kubanga ayogede ebyokujemera Mukama Katonda wamwe, eyabagya munsi Yemisiri, nakununula mu nyumba yabadu, okukusendasenda okukyama okuva mu kubo Mukama Katondawo lyeyakulagira okutambulirangamu. Bwotyo bwonogyangamu obubi wakati mugwe.

6 Mugandawo, mutabani wa nyoko, oba mutabaniwo, oba muwalawo, oba omukazi owomukifubakyo, oba mukwanogwo, ali ng'anga obulamubwo gwe, bwakusendasendanga ekyama ngayogera nti
7 Tugende tuwereze bakatonda abalala, botomanyanga gwe newakubade bajajabo ; ku bakatonda abamawanga ababetolode, abali okumpi nawe, oba
8 abakuli ewala okuva ku nkomerero yensi okutuka ku nkomerero yensi ; tomukirizanga so tomuwu-

liranga ; so nerisolyo terimusasiranga, so tosonyiwanga, so tomukwekanga : naye tolemanga ku- 9
mu'ta ; omukonogwo gwe gulisoka okuba kuye okumu'ta, omukono gwabantu bona negulyoka (gumubako). Era olimukuba amainja afe ; ku- 10
banga ageze'zako okukusendasenda okuva ku Mukama Katondawo, eyakugya munsi Yemisiri, mu nyumba yobudu. Ne Isiraeri yena anawu- 11
liranga, nebatya, nebatakola nate bubi obwenkana awo wakati mugwe.

Bwonowuliranga nga bogera ku kimu ku bibu- 12
gabyo, Mukama Katondawo byakuwa okutula omwo, nga bagamba nti Waliwo abantu abataliko 13
kyebagasa abavude wakati mugwe, era abasenzesenze abatula mu kibuga kyabwe, nga bogera nti Tugende tuwereze bakatonda abalala bemutamanyanga ; onokeberanga nononya nobuliriza ; era 14
laba, obanga kya mazima, ekigambo nekitegerekeka, ngekyomuzizo ekyenkana awo kikolerwa wakati mugwe ; tolemanga ku'ta abatula mu ki- 15
buga omwo nobwogi bwekitala, ngokizikiririza dala ne byona ebikirimu nebisibo byakyo, nobwogi bwekitala. Era onokung'anyanga omu- 16
nyago gwakyo gwona wakati mu lugudo lwakyo, nokyokya ekibuga omuliro, nomunyago gwakyo gwona buli kantu kona, eri Mukama Katondawo : era kiriba kifunvu enaku zona ; tekirizimbibwa nate. So tewabanga ku kintu 17
ekyakolimirwa ekiryegata nomukonogwo : Mukama akyuke okuleka obusungubwe obukambwe, akulage ekisa, akusasire, era akwaze, nga bweyalairira bajajabo ; bwonowuliranga edo- 18
bozi lya Mukama Katondawo, okwekumanga ebiragirobye byona byenkulagira lero, okukola ekiri mu maso ga Mukama Katondawo ekirungi.

14

1 Mwe muli bana ba Mukama Katonda wamwe:
temwesalanga, so temumwanga kiwalata kyona
2 wakati wamaso gamwe olwabafu. Kubanga oli
gwanga tukuvu eri Mukama Katonda, era Muka-
ma yakulonda okuba egwanga eryenvuma gyali,
okusinga amawanga gona agali ku maso gensi.
3, 4 Tolyanga kintu kyona kya muzizo. Zino
ze nsolo zemunalyanga: ente, endiga nembuzi,
5 enjaza nempeyo nenangazi nembulabuzi nentamu
6 nenteng'o nendiga eyomunsiko. Na buli nsolo
eyawulamu ekinulo, era ekirina ekinulo ekya-
semu, e'za obwekulumo, mu nsolo, eyo gye-
7 munalyanga. Naye zino zemutalyangako kwezo
ezi'za obwekulumo, oba kwezo ezirina ekinulo
ekyasemu: eng'amira nakamyu nomusu, kubanga
bi'za bwekulumo, naye tebyawulamu kinulo, ebyo
8 si birongofu gyemuli: nembi'zi, kubanga eyawu-
lamu ekinulo naye te'za bwekulumo, eyo si nongo-
fu gyemuli: ku nyama yabyo temugiryangako,
nemirambo gyabyo temugikomangako.
9 Bino byemunalyanga ku byona ebiba mu ma'zi:
buli ekirina amagwa namagamba munakiryanga:
10 na buli ekitalina magwa na magamba temukirya-
nga; si kirongofu gyemuli.
11 Ku nyonyi zona enongofu muinza okuziryako.
12 Naye zino zemutalyangako: enunda, nempungu,
13 ne makwanzi; ne wonzi, nedirawamu, ne kamu-
14 nyi nengeriye; na buli namung'ona nengeriye;
15 ne maya, nolubugabuga, nolusove, nenkambo ne-
16 ngeri yayo; nekiwugulu, nekufufu, nekiwugulu
17 ekyamatu; nekimbala, nensega, nenkobyokobyo;
18 ne kasida, ne sekanyolya nengeriye, nekokotezi,
19 nekinyira. Na byona ebyewalula ebirina ebiwa-
20 watiro si birongofu gyemuli: tebiribwanga. Ku
nyonyi zona enongofu muinza okuziryako.

Temulyanga ku kintu kyona ekifa kyoka: oinza okukimuwa munagwanga ali munda wenzigizo akirye; oba oinza okukiguza munagwanga: kubanga gwoli gwanga tukuvu eri Mukama Katondawo. Tofumbanga mwana wa mbuzi mu mata ga nyina wayo. 21

Tolemanga kusoloza kitundu kya kumi ku bibala byona ebyensigozo, ebinavanga mu nimiro buli mwaka. Era onoliranga mu maso ga Mukama Katondawo mu kifo kyalyeroboza okutuza omwo erinyalye ekitundu ekyekumi ekyeng'anoyo, nekyomwengegwo, nekyamafutago, nebiberyeberye byentezo nebyembuzizo; oige okutya Mukama Katondawo enaku zona. Era obanga olugendo lulikuinga okuba olunene, nokuinza toinza kukitwalayo, kubanga ekifo kiinze okukuba ewala, Mukama Katondawo kyalyeroboza okuteka omwo erinyalye, Mukama Katondawo bwalikuwa omukisa: olikiwanyisamu efeza, nosiba efeza mu mukonogwo, nogenda mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza: awo efeza oligigulamu ekintu kyona ememeyo kyeyagala, ente, oba ndiga, oba mwenge, oba ekitamiza, oba ekintu kyona ememeyo kyerikusaba: era olirira eyo mu maso ga Mukama Katondawo, era olisanyuka, gwe nabomunyumbayo: Nomulevi ali munda wenzigizo, tomwabuliranga; kubanga talina mugabo newakubade obusika awamu nawe. 22-27

Buli myaka esatu bwegigwangako, onofulumyanga ekitundu kyona ekyekumi ekyebibalabyo mu mwaka ogwo, nokitereka munda wenzigizo: Nomulevi, kubanga talina mugabo newakubade obusika awamu nawe, ne munagwanga, ne mulekwa, ne munamwandu abali munda wenzigizo, banajanga nebalya neba'kuta; Mukama Katondawo alyoke akuwe omukisa mu mulimu gwona ogwomukonogwo gwokola. 28-29

15

1 Buli myaka musanvu bwegigwangako, onosu-
2 mululanga. Era eno ye ngeri yokusumulula okwo: buli abanja anasumululanga ekyo kyeyawola muliranwawe; takibanjanga muliranwawe era mugandawe; kubanga okusumulula kwa Mu-
3 kama nga kulangidwa. Munagwanga oinza okumukibanja: naye ekintu kyona ku bibyo ekiri ne mugandawo omukonogwo gunakisumululanga.
4 Naye tewaliba bavu gyoli; [kubanga Mukama talirema kukuwa mukisa munsi Mukama Kato-
5 ndawo gyakuwa okuba obusika okugirya;] kyoka bwononyikiranga okuwulira edobozi lya Mukama Katondawo, okukwatanga okukola ekiragiro
6 kino kyona kyenkulagira lero. Kubanga Mukama Katondawo anakuwanga omukisa, nga bweyakusibiza: era onowolanga amawanga mangi, naye tewewolenga; era onofuganga amawanga mangi, naye tebakufugenga gwe.
7 Bwewanabanga gyoli omwavu, omu ku bagandabo, munda wolugi lwona ku nzigizo munsi Mukama Katondawo gyakuwa, tokakanyazanga mutimagwo, so tofunyanga ngalozo eri muga-
8 ndawo omwavu: naye tolemanga kwanjuluza ngalozo gyali, so tolemanga kumuwola ebinamumala olwokwetagakwe (mwekyo) kyabulidwa.
9 Wekume waleme okubawo mu mutimagwo ekirowozo ekikodo, ngoyogera nti Omwaka ogwomusanvu, omwaka ogusumululirwamu, gunatera okutuka; erisolyo neriba bi eri mugandawo omwavu, notomuwa kintu; nakowoła Mukama ngakuwa-
10 wabira, nekiba kibi gyoli. Tolemanga kumuwa, so nomutimagwo tegunakuwalanga bwomuwa: kubanga olwekigambo ekyo Mukama Katondawo kyanavanga akuwa omukisa mu mulimugwo gwona ne mu byona lyonosangako omukonogwo.

Kubanga abavu tebaligwawo munsi enaku zona : 11
kyenva nkulagira nga njogera nti Tolemanga
kwanjuluza ngalozo eri mugandawo, eri ababo
abetaga, era eri abavubo, munsiyo.

Bwebakuguzanga mugandawo, omusaja Omwe- 12
beraniya oba mukazi Omweberaniya, namala emya-
ka mukaga ngakuwereza ; mu mwaka ogwomusa-
nvu nolyoka omuteranga dala okukuvako. Era 13
bwonomuteranga dala okukuvako, tomutanga nga
talina kintu : onomulabiranga ebingi ku mbuzizo 14
ne ku gulirolyo ne ku sogolerolyo: nga Mukama
Katondawo bweyakuwa omukisa, bwonomuwanga
bwotyo. Era onojukiranga nga wali mudu munsi 15
Yemisiri, Mukama Katondawo nakununula : kye-
nva nkulagira ekigambo ekyo lero. Awo olulitu- 16
ka bwalikugamba nti Sija kufuluma kukuleka ;
kubanga akwagala gwe nabomunyumbayo, ku-
banga alaba ebirungi ewuwo ; nolyoka odiranga 17
olukato, noluisa mu kutukwe nokwasa nolugi,
naye alibera muduwo enaku zona. Era nomuza-
nawo bwonomukolanga bwotyo. Tolowozanga nga 18
kizibu bwonomuteranga dala okukuvako ; ku-
banga yakuwerereza emyaka mukaga okusinga
emirundi ebiri oyo awerereza empera : era Mu-
kama Katondawo anakuwanga omukisa mu byona
byokola.

Ebiberyeberye byona ebisaja entezo nembuzizo 19
byezinazalanga onotukuzanga eri Mukama Kato-
ndawo: tokozanga mulimu gwona kiberyeberye
kya nteyo, so tosalanga byoya bya kiberyeberye
kya mbuzizo. Onokiriranga mu maso ga Mukama 20
Katondawo buli mwaka mu kifo Mukama kya-
lyeroboza, gwe nabomunyumbayo. Era bwekina- 21
bangako obulema bwona, bwekinawenyeranga
oba bwekinabanga ekizibe kyamaso, obulema bwo-
na bwona obutali bulungi, tokiwangayo eri Mu-
kama Katondawo. Onokiriranga munda wenzi- 22
gizo: abatali balongofu nabalongofu banakiryanga

23 okwenkanankana, ngempeyo era ngenjaza. Kyoka tolyanga musai gwakyo; onogufukanga ku taka ngama'zi.

16

1 Okwatanga omwezi Abibu, wekumenga Okuitako eri Mukama Katondawo: kubanga mu mwezi Abibu Mukama Katondawo mweyakugyira
2 mu Misiri ekiro. Era onomu'tiranga Okuitako Mukama Katondawo, ku mbuzi ne kunte, mu kifo Mukama kyalyeroboza okutuza omwo erinyalye.
3 Tolyanga mere nzimbulukuse wamu nakwo; onomalanga enaku musanvu ngolya emere eteri nzimbulukuse wamu nakwo, ye mere eyokunakuwala; kubanga wava munsi Yemisiri ngoyanguwa: ojukirenga olunaku lwewaviramu munsi Yemisiri
4 enaku zona ezobulamubwo. So tewalabikanga gyoli kizimbulukusa mu nsalozo zona enaku musanvu; so tewasigalangawo ku nyama, gyono'tanga ku lunaku olwoluberyeberye akawungezi,
5 okusula okukesa obude. To'tiranga Kuitako munda wolugi lwona ku nzigizo, Mukama Katondawo
6 zakuwa: naye mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza okutuza omwo erinyalye, eyo gyono'tiranga Okuitako akawungezi, enjuba ngegwa, mu
7 biro byewaviramu mu Misiri. Era onokwokyanga nokuliranga mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza: era onokyukanga enkya, nogenda mu
8 wemazo. Enaku mukaga onolyanga emere eteri nzimbulukuse: ne ku lunaku olwomusanvu wanabanga okukung'ana okutukuvu eri Mukama Kato-
9 ndawo; tolukolerangako mulimu gwona. Onebaliranga sabiti musanvu: okuva ku biro byotanuliramu okusa ekiwabyo ku ng'ano ngekyali mu nimiro kwonosokeranga okubala sabiti omusanvu.
10 Era onekumanga embaga eya sabiti eri Mukama Katondawo ngomuwa omusolo ogwekyo kyowayo

kububwo ekyomukonogwo, kyonowangayo nga
Mukama Katondawo bwakuwa omukisa: era ono- 11
sanyukanga mu maso ga Mukama Katondawo, gwe
ne mutabaniwo ne muwalawo nomuduwo nomu-
zanawo Nomulevi ali munda wenzigizo ne muna-
gwanga ne mulekwa ne munamwandu, abali wa-
katiwo, mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza
okutuza omwo erinyalye. Era onojukiranga nga 12
wali mudu mu Misiri: era onokwatanga onokola-
nga amateka gano.

Onekumiranga embaga eyensisira enaku musa- 13
nvu, bwonobanga omaze okutereka ebyomugulirolyo nebyomusogolerolyo: era onosanyukiranga 14
embagayo, gwe ne mutabaniwo ne muwalawo, no-
muduwo nomuzanawo, Nomulevi ne munagwanga
ne mulekwa ne munamwandu, abali munda we-
nzigizo. Enaku musanvu onekumanga embaga 15
eri Mukama Katondawo mu kifo Mukama kyalye-
roboza: kubanga Mukama Katondawo alikuwa
omukisa mu bibalabyo byona, ne mu mulimu
gwona ogwengalozo, era onobanga nesanyu jerere.
Emirundi esatu buli mwaka abasajabo bona bana- 16
labikanga mu maso ga Mukama Katondawo mu
kifo kyalyeroboza: ku mbaga eyemere eteri nzi-
mbulukuse, ne ku mbaga eya sabiti, ne ku mbaga
eyensisira: so tebalabikanga mu maso ga Mukama
nga tebalina kintu: buli muntu anawanga nga 17
bwanainzanga, ngomukisa bwegunabanga ogwa
Mukama Katondawo gwakuwade.

Abalamuzi nabami onosangawo mu nzigizo zona 18
Mukama Katondawo zakuwa, ngebikabyo bwebiri:
era banasaliranga abantu emisango egyensonga.
Tokyamyanga musango; tosalirizanga bantu: so 19
tolyanga nguzi; kubanga enguzi eziba amaso ga-
bamagezi, era ekyusakyusa ebigambo byabatukiri-
vu. Ebyobutukirivu dala byonogobereranga, olyo- 20
ke obe omulamu, osikire ensi Mukama Katonda-
wo gyakuwa.

21 Tewesimbiranga muti gwona okuba Asera ku
mabali gekyoto kya Mukama Katondawo, kyone-
22 koleranga. So teweimiririzanga mpagi; Mukama
Katondawo gyakyawa.

17

1 Tosalanga okuba sadaka eri Mukama Katonda-
wo ente newakubade endiga eriko obulema oba
ekitali kirungi kyona: kubanga ekyo kya muzizo
eri Mukama Katondawo.
2 Bwewanalabikanga wakatiwo, munda wolugi
lwona ku nzigizo Mukama Katondawo zakuwa,
omusaja oba mukazi, akola ekiri mu maso ga
Mukama Katondawo ekibi, ngasobya ku ndagano,
3 era ngagenze nawereza bakatonda abalala nabasi-
nza, oba njuba, oba mwezi, oba kugye eryomugulu,
4 byesalagira; nebakubulira era ngokiwulide, no-
lyoka onyikiranga okubuliriza, era, laba, bweki-
nabanga ekyamazima, ekigambo nekitabusibwa-
busibwa, ngekyomuzizo ekiri bwekityo kiko-
5 lerwa mu Isiraeri; nolyoka ofulumyanga omusaja
oyo oba mukazi oyo, abakoze ekigambo ekyo ekibi,
awali enzigizo, omusaja oba mukazi; awo onoba-
6 kubanga amainja bafe. Olwakamwa kabajulirwa
ababiri oba bajulirwa basatu, agenda okufa bwa-
na'tibwanga; olwakamwa komujulirwa omu
7 ta'tibwanga. Omukono gwabajulirwa gwe guna-
sokanga okumubako okumu'ta, omukono gwa-
bantu bona negulyoka gumubangako. Bwotyo
bwonogyangawo ekibi wakatiwo.
8 Bwewanabangawo ensonga ekulema okugisalira
omusango, nga bavunana omusai nomusai, nga
bavunana ensonga nensonga, era nga bavunana
omugo nomugo, nga bawakanira ebyo munda
wenzigizo: awo onogolokokanga, noyambuka mu
9 kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza; noja eri

bakabona Abalevi, neri omulamuzi anabangawo mu naku ziri: nobuza; era bo banakulaganga omusango gwebanasalanga: nawe onokolanga ngomusango bwegunabanga, gwebanakulaganga nga baima mu kifo Mukama kyalyeroboza; era onokwatanga okukola nga byona bwebinabanga byebakuigiriza: ngeteka bwerinabanga lyebanakuigirizanga, era ngomusango bwegunabanga gwebanakubuliranga, onokolanga bwotyo: tokyamanga okuva mu musango gwebanakulaganga okugenda ku mukono ogwadyo, newakubade ogwa kono. Era omuntu anakolanga ebyekyejo, nga tawulira kabona aimirira eyo okuwerereza mu maso ga Mukama Katondawo, oba mulamuzi, omuntu oyo anafanga: era onogyangawo obubi obwo mu Isiraeri. Era abantu bona banawuliranga nebatya, nebatakola nate bya kyejo.

Bwoliba ngotuse munsi Mukama Katondawo gyakuwa, nogirya, notula omwo; noyogera nti Nasawo kabaka okunfuga, era nga namawanga gona aganetolode; tolemanga kusawo oyo okuba kabaka okukufuga, Mukama Katondawo gwalyeroboza: omu ku bagandabo gwolisawo okuba kabaka okukufuga: si kirungi gwe okusawo munagwanga okukufuga, atali mugandawo. Kyoka teyefuniranga mbalasi nyingi, so ta'zangayo bantu mu Misiri, alyoke yefunire embalasi nyingi: kubanga Mukama yabagamba nti Temudangayo nate mu kubo eryo okuva kakano. So teyefuniranga bakazi bangi, omutimagwe guleme okukyuka: so teyefuniranga feza nyingi nyo newakubade zabu. Awo olulituka, bwalitula ku ntebe yobwakabakabwe, alyewandikira eteka lino mu kitabo, ngaligya (mwekyo ekiri) mu maso ga bakabona Abalevi: era kinaberanga gyali, era anakisomangamu enaku zona ezobulamubwe: aige okutya Mukama Katondawe, okwekumanga ebigambo byona ebyeteka lino nebiragiro bino, oku-

20 bikolanga: omutimagwe guleme okugulumizibwa ku bagandabe, era aleme okukyama okuva mu kiragiro okugenda ku mukono ogwadyo newakubade ogwa kono: alyoke awangale enaku nyingi mu bwakabakabwe, ye nabanabe, wakati mu Isiraeri.

18

1 Bakabona Abalevi, kye kika kyona ekya Levi, tebabanga na mugabo newakubade obusika awamu ne Isiraeri: banalyanga ebiwebwayo ebya
2 Mukama ebikolebwa nomuliro, nobusikabwe. So
tebabanga na busika mu baganda babwe: Muka-
3 ma bwe busika bwabwe, nga bweyabagamba. Era lino lye linabanga ebanja lya bakabona lyebanabanjanga abantu, abo abanawangayo sadaka, bweba ente oba ndiga, bamuwenga kabona omu-
4 kono, nemba zombi, ne sebusa. Ebiberyeberye byeng'anoyo, ebyomwengegwo, nebyamafutago, nebiberyeberye byebyoya byendigazo, onobimu-
5 wanga. Kubanga Mukama Katondawo yamweroboza mu bikabyo byona, okuimiriranga okuwereza nerinya lya Mukama, ye ne batabanibe emirembe gyona.
6 Era Omulevi bwanavanga mu lugi lwona ku nzigizo mu Isiraeri yena, mwatula, naja mu kifo Mukama kyalyeroboza, ememeye nga yegombera
7 dala (okuja); anawerezanga nerinya lya Mukama Katondawe, nga bagandabe bona Abalevi bwebakola, abaimirira eyo mu maso ga Mukama.
8 Banabanga nemigabo egyenkanankana okulya, obutasako ebyo ebivude mu kutunda obutakabwe.
9 Bwolimala okutuka munsi Mukama Katondawo gyakuwa, toiganga kukola ngebyemizizo ebya-
10 mawanga gali bwebiri. Tewalabikanga gyoli muntu yena aisa mu muliro mutabaniwe oba

muwalawe, newakubade akola ebyobufumu, newakubade alaguza ebire, newakubade omulogo, newakubade omuganga, newakubade omusawo, newakubade asamira omuzimu, newakubade emandwa, newakubade abuza abafu. Kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama: era olwemizizo egyo Mukama Katondawo kyava abagoba mu masogo. Onobanga eyatukirira eri Katondawo. Kubanga amawanga gano golirya, bawulira abo abalaguza ebire nabafumu: naye gwe Mukama Katondawo takuganyi'za kukola bwotyo. Mukama Katondawo alikuimusiza nabi wakatiwo, ku bagandabo, afanana nga nze; oyo gwemuliwulira; nga byona bwebyali byewasaba Mukama Katondawo ku Kolebu ku lunaku olwokukung'anirako, ngoyogera nti Neme okuwulira nate edobozi lya Mukama Katonda wange, era neme okulaba nate omuliro guno omunene, neme okufa. Mukama nang'amba nti Bogede bulungi ebyo byebagambye. Ndibaimusiza nabi ku baganda babwe, afanana nga gwe; era nditeka ebigambo byange mu kamwake, era alibabulira byona byendimulagira. Awo olulituka buli ataliwulira bigambo byange byalyogera mu linya lyange, ndimulanga ekyo. Naye nabi anayogeranga ekigambo mu linya lyange nga yetulinkiride, byesimulagide kwogera, oba anayogeranga mu linya lya bakatonda abalala, nabi oyo anafanga. Era bwonoyogeranga mu mutimagwo nti Tunategeranga tutya ekigambo Mukama kyatayogede? Nabi bwanayogeranga mu linya lya Mukama, ekigambo ekyo bwekitaja so tekitukirira, ekyo kye kigambo Mukama kyatayogede: nabi ngakyogede nga yetulinkiride, tomutyanga.

19

1 Mukama Katondawo bwalizikiriza amawanga,
Mukama Katondawo ensi yago gyakuwa, nobasi-
kira, notula mu bibuga byabwe ne mu nyumba
2 zabwe ; olyeyawulira ebibuga bisatu wakati mu-
nsiyo, Mukama Katondawo gyakuwa okugirya.
3 Olyerimira olugudo, era olisala mu nsalo zensi-
yo, Mukama Katondawo gyakusisa, okuba ebitu-
ndu bisatu, buli a'ta omuntu adukirenga omwo.
4 Era eno ye nsonga yoyo a'ta omuntu anadukira-
nga omwo naba mulamu : buli ana'tanga mune
nga tamanyiride, songa tamukyawanga luberye-
5 berye ; ngomuntu bwaingira mu kibira ne mune
okutema omuti, nagalula emba'zi nomukonogwe
okutema omuti, emba'zi newanguka mu kiti
kyayo, negwa ku mune, nokufa nafa ; anaduki-
ranga mu kimu ku bibuga ebyo naba mulamu :
6 awalana egwanga lyomusai aleme okugoberera
eya'ta omuntu, omutimagwe nga gukyasungu-
wade, namutukako, kubanga olugendo lunene,
namufumita okumu'ta ; songa tasanide kufa, ku-
7 banga tamukyawanga luberyeberye. Kyenva
nkulagira nga njogera nti Olyeyawulira ebibuga
8 bisatu. Era obanga Mukama Katondawo aligazi-
ya ensaloyo, nga bweyalairira bajajabo, nakuwa
9 ensi yona gyeyasubiza okuwa bajajabo ; bwone-
kumanga ekiragiro kino kyona okukikola, kye-
nkulagira lero, okwagalanga Mukama Katondawo,
nokutambuliranga mu makuboge bulijo ; nolyoka
weyongerera ebibuga bisatu ebirala ku bino ebi-
10 satu : omusai ogutaliko nnsango guleme okuyika
munsiyo Mukama Katondawo gyakuwa okuba
11 obusika, bwekityo omusai negukubako. Naye
omuntu yena bwakyawanga mune, namutega, na-
mugolokokerako, namufumita okumu'ta nokufa
12 nafa ; nadukira mu kimu ku bibuga ebyo : awo

abakade bekibugakye banatumanga nebamugyayo, nebamuwayo mu mukono gwoyo awalana egwanga lyomusai, afe. Erisolyo terimusasiranga, 13
naye onogyangawo mu Isiraeri omusai ogutaliko musango, olyoke olabe ebirungi.

Tojululanga nsalo ya muliranwawo, abeda gye- 14
basimba, mu busikabwo bwolisika munsi Mukama Katondawo gyakuwa okugirya.

Omujulirwa omu tagolokokeranga ku muntu 15
olwobutali butukirivu bwona oba olwekibi kyona, mu kibi kyona kyayonona: olwakamwa kabajulirwa ababiri oba olwakamwa kabajulirwa abasatu ekigambo kinanyuwezebwanga. Omujulirwa 16
atali mutukirivu bwagolokokeranga ku muntu yena okutegeza ngakoze bubi; abasaja bombi 17
abawakana empaka ezo banaimiriranga mu maso ga Mukama, mu maso ga bakabona nabalamuzi abalibawo mu naku ziri; awo abalamuzi banake- 18
merezanga nyo: era, laba, omujulirwa oyo bwabanga omujulirwa owobulimba, era ngawairi'za mugandawe; kale munamukoleranga nga bwa- 19
bade alowoza okukola mugandawe: bwotyo bwonogyangawo obubi wakatiwo. Nabo abasigalawo 20
banawuliranga nebatya nebatakola nate okuva ku biro biri obubi bwona obuli ngobwo wakatiwo.
So nerisolyo terisasiranga; obulamu bugatwenga 21
obulamu, eriso (ligatwenga) eriso, erinyo (ligatwenga) erinyo, omukono (gugatwenga) omukono, ekigere kigatwenga ekigere.

20

Bwotabalanga okulwana nabalabebo, nolaba 1
embalasi namagali nabantu abakusinga obungi, tobatyanga: kubanga Mukama Katondawo ali wamu nawe, eyakugya munsi Yemisiri. Awo 2
olulituka bwemunasembereranga olutalo, kabona

3 anajanga nayogera nabantu, nabagamba nti Wuli-
ra, gwe Isiraeri, musemberera olutalo lero oku-
lwana nabalabe bamwe: omutima gwamwe tegu-
diriranga; temutya so temukankana, so temuba-
4 tekemukira; kubanga Mukama Katonda wamwe
ye wuyo agenda namwe, okubalwanirira nabalabe
5 bamwe okubalokola. Era abami banayogeranga
nabantu nga bagamba nti Muntu ki ali wano
eyazimba enyumba empya songa tanagyawula?
agende adeyo eka, aleme okufira mu lutalo, omu-
6 lala nagyawula. Era muntu ki ali wano eyasimba
olusuku lwemizabibu, songa tanalya ku bibala
byalwo? agende adeyo eka, aleme okufira mu
7 lutalo, omulala nalya ebibala byalwo. Era muntu
ki ali wano eyayogereza omukazi, songa tanamu-
wasa? agende adeyo eka, aleme okufira mu luta-
8 lo, omulala namuwasa. Era abami baneyongera-
nga okugamba abantu nebogera nti Muntu ki ali
wano atya era alina omutima ogudirira? agende
adeyo eka, emitima gya bagandabe gireme oku-
9 sanuka ngomutimagwe. Awo olunatukanga aba-
mi bwebanamalanga okwogera nabantu, banasa-
ngawo abakulu begye okukulembera abantu.
10 Bwonosembereranga ekibuga okulwana nakyo,
11 nolyoka okirangiriranga emirembe. Awo olunatukanga, bwekinadangamu ebyemirembe, nekikugulirawo, abantu bona abalabika omwo banafuka-
12 nga abomusolo, era banakuwerezanga. Era bwekitakirizanga kulagana mirembe nawe, naye nga kyagala okulwana nawe, nolyoka okizingizanga:
13 era Mukama Katondawo bwanakigabulanga mu mukonogwo, oli'ta buli musaja wamu nobwogi
14 bwekitala: naye abakazi nabana abato nebisibo ne byona ebiri mu kibuga, omunyago gwakyo gwona, onetwaliranga okuba omunyago; era ono-lyanga omunyago gwabalabebo, Mukama Kato-
15 ndawo gweyakuwa. Bwotyo bwonokolanga ebi-buga byona ebikuli ewala enyo, ebitali bya ku

bibuga byamawanga gano. Naye ku bibuga bya- 16
bantu bano, Mukama Katondawo bakuwa okuba
obusika, towonyangako kintu ekisa omuka kire-
me okufa: naye olibazikiririza dala; Omukiti, 17
Nomwamoli, Omukanani, Nomuperizi, Omukivi,
Nomuyebusi; nga Mukama Katondawo bweya-
kulagira: baleme okubaigiriza okukola ngebye- 18
mizizo byabwe byona bwebiri, byebakolera
bakatonda babwe; bwemutyo mwandisobe'za
Mukama Katonda wamwe.

Bwonomalanga ebiro bingi ngozingiza ekibuga, 19
ngolwana nakyo okukinyaga, tozikirizanga miti
gyakyo ngogigalulira emba'zi; kubanga oinza
okugiryako, era togitemanga; kubanga omuti
ogwomunsiko muntu, gwe okuguzingiza gwo?
Emiti egyo gyoka gyomanyi nga si miti gya 20
kulyako, gyonozikirizanga gyonotemanga; era
onozimbiranga ebigo ku kibuga ekirwana nawe,
okutusa lwekirigwa.

21

Omuntu bwanasangibwanga nga'tidwa munsi 1
Mukama Katondawo gyakuwa okugirya, ngali mu
nsiko, so tekimanyibwa bwali amukubye: abaka- 2
debo nabalamuzibo nebalyoka bafulumanga, era
banageranga okutuka ku bibuga ebimwetolode
oyo eya'tibwa: awo olunatukanga ekibuga eki- 3
singa okumuba okumpi omuntu eya'tibwa, abaka-
de bekibuga ekyo banadiranga ente endusi oku-
gigya munte, etekozebwanga mirimu, etewalu-
langa ngeri mu kikoligo; era abakade bekibuga 4
ekyo banaserengesanga endusi mu kiwonvu omuli
ama'zi agakulukuta, ekitali kirime so ekitali ki-
sige, nebakutula ensingo yente endusi eyo mu
kiwonvu: awo bakabona abana ba Levi banase- 5
mberanga; kubanga abo Mukama Katondawo
beyeroboza okumuwerezanga, nokusabanga omu-

kisa mu linya lya Mukama; era ngekigambo
kyabwe bwekinabanga, bwetyo bwenebanga buli
6 mpaka na buli mugo: awo abakade bona abeki-
buga ekyo, abasinga okumuba okumpi omuntu
eya'tibwa, bananabiranga engalo kunte endusi
7 ekutudwako ensingo mu kiwonvu: era banada-
ngamu nebogera nti Engalo zafe size zayiwa
8 omusai guno, so namaso gafe tegagulaba. Sonyi-
wa, ai Mukama, abantubo Isiraeri, bewanununla,
so toganya musai ogutaliko musango (okuba) wa-
kati mu bantubo Isiraeri. Awo omusai gunaba-
9 sonyibwanga. Bwotyo bwonogyangawo omusai
ogutaliko musango wakatiwo, bwonokolanga ekiri
mu maso ga Mukama ekirungi.
10 Bwonotabalanga okulwana nabalabebo, Muka-
ma Katondawo nabagabula mu mikonogyo, noba-
11 twala nga mwandu, nolaba mu mwandu omukazi
omulungi, nomwegomba, noyagala okumuwasa;
12 nolyoka omutwalanga ewuwo mu nyumbayo;
naye anamwanga omutwegwe nasala enjalaze;
13 era anayambulanga ebyambalo ebyobunyagebwe,
nabera mu nyumbayo, namala omwezi omulamba
ngakabira kitawe ne nyina: awo oluvanyuma
nolyoka oingira gyali, noba bawe, naye nga mu-
14 kaziwo. Awo olunatukanga, bwotomusanyukira
na katano, onomulekanga okugenda gyayagala;
naye tomutundangamu bintu na katono, tomuko-
langa ngomuzana, kubanga wamutowaza.
15 Omusaja bwabanga nabakazi babiri, omu nga
muganzi, omulala nga mukyawe, era nga bombi
bamuzalira abana, omuganzi nomukyawe; era
omwana owobulenzi omuberyeberye bwabanga
16 owomukyawe; awo olunatukanga, ku lunaku
lwalisisa abanabe ebyo byalina, tafulanga mwana
wa muganzi okuba omuberyeberye, omwana wo-
mukyawe, ye muberyeberye, ngakyali mulamu:
17 naye anakirizanga omuberyeberye, omwana wo-
mukyawe, ngamuwa emigabo ebiri kwebyo byona

byalina : kubanga oyo kwe kusoka kwamanyige; ebyomuberyeberye bibye.

Omuntu bwabanga ne mutabaniwe omukaka- 18
nyavu omujemu, atakiriza kugondera dobozi lya kitawe, newakubade edobozi lya nyina, era newakubade nga bamubonereza, nga takiriza kubawulira: awo kitawe ne nyina banamukwatanga, 19
nebamufulumya eri abakade abomukibuga kyabwe, neri wankaki wekifo kyabwe: nebagamba 20
abakade abomukibuga kyabwe nti Omwana wafe ono mukakanyavu mujemu, takiriza kugondera dobozi lyafe; wa mpisa mbi, era mutamivu.
Abasaja bona abomukibuga kyabwe nebamukuba 21
amainja okumu'ta: bwotyo bwonogyangawo obubi okuva wakatiwo; awo Isiraeri yena anawuliranga anatyanga. Era omuntu bwaba ngakoze ekibi 22
ekisanira okumu'sa, nebamu'ta, nomuwanika ku muti; omulambogwe tegusulanga ku muti, naye 23
tolemanga kumuzika ku lunaku olwo; kubanga awanikidwa ngakolimidwa Katonda; oleme okugwagwawaza ensiyo Mukama Katondawo gyakuwa okuba obusika.

22

Tolabanga nte ya mugandawo newakubade 1
endigaye ngekyama, newekweka okuva gyeziri: tolemanga kuzi'za eri mugandawo. Era muga- 2
ndawo bwaba nga takuli kumpi oba bwoba nga tomumanyi, onogitwalanga eka ewuwo, eribera nawe okutusa mugandawo lwaliginonya, nogi'za nate gyali. Era onokolanga nendogoiye bwotyo; 3
era onokolanga nekyambalokye bwotyo; era onokolanga na buli kintu ekya mugandawo ekinamubulanga nawe ngokironze: okwekweka si kulungi.

Tolabanga ndogoi ya mugandawo newakubade 4

enteye ngegude mu kubo, newekweka (okuva) gyeziri: tolemanga kumubera okuziimusa nate.

5 Omukazi tayambalanga kya musaja, so nomusaja tayambalanga kyambalo kya mukazi: kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama Katondawo.

6 Ekisu kyenyonyi bwekibanga kikuli mu maso mu kubo, ku muti gwona oba wansi, obwana nga webuli oba magi, nyina ngatude ku bwana oba
7 ku magi, totwalanga nyina wamu namagi: tolemanga kuta nyina, naye oinza okwetwalira obwana; olyoke olabe ebirungi, era owangale enaku nyingi.

8 Bwozimbanga enyumba empya, onokolanga omuziziko ku ntiko, oleme okuleta omusai ku nyumbayo, omuntu yena bwaimanga okwo nagwa.

9 Tosiganga ngeri biri za nsigo mu lusukulwo olwemizabibu: oleme okufirwa ebibala byona, ensigo
10 zewasiga nekyengera ekyolusuku. Tolimisanga
11 nte nendogoi wamu. Toyambalanga lugoye olugata ebibiri, ebyoya ne segamwenge wamu.

12 Onekoleranga amatanvuwa mu mbirizi nya ezekyambalokyo kyoyambala.

13 Omusaja yena bwawasanga omukazi, naingira
14 gyali, namukyawa, namuwawabira ebyensonyi, namuleterako erinya ebi, nayogera nti Nawasa omukazi ono, awo bwenamusemberera, nesimula-
15 bako bubonero bwa butamanya musaja: awo kitawe womukazi ne nyina nebalyoka badira obubonero bwomuwala oyo obwobutamanya musaja ne-
16 babuletera abakade bekibuga mu mulyango: kitawe womuwala nagamba abakade nti Omusaja ono namuwa mwana wange okumuwasa, naye amukya-
17 ye; era, laba, amuwawabide ebyensonyi, ngagamba nti Salaba mu mwanawo bubonero bwa butamanya musaja; era naye obubonero bwa mwana wange obwobutamanya musaja bubuno. Awo nebayalira ekyambalo mu maso gabakade bekibuga.

Awo abakade bekibuga ekyo nebatwala omusaja oyo 18
nebamukuba; nebamutanza sekeri eza feza kikumi, 19
nebaziwa kitawe womuwala oyo, kubanga yamu-
leterako erinya ebi omuwala wa Isiraeri: era ana-
ba mukaziwe; tamugobanga enakuze zona. Naye 20
obanga ekigambo kino kya mazima, obubonero
bwobutamanya musaja obutalabika mu muwala:
awo nebafulumya omuwala oyo mu mulyango 21
gwenyumba ya kitawe, abasaja abomukibuga kya-
bwe nebamukuba amainja nebamu'ta: kubanga
yakola obusirusiru mu Isiraeri, okwendera mu
nyumba ya kitawe: bwonogyanga bwotyo obubi
wakati mugwe.

Bwebasanganga omusaja ngasula nomukazi eya- 22
fumbirwa ba, bombi bafenga, omusaja eyasula no-
mukazi, nomukazi: bwotyo bwonogyanga obubi
mu Isiraeri.

Bwewabangawo omuwala atamanyanga musaja 23
ayogerezebwa omusaja, omusaja namusanga mu ki-
buga nasula naye; bombi munabafulumyanga eri 24
wankaki wekibuga ekyo, nemubakuba amainja
nokufa nebafa: omuwala kubanga teyakuba ndu-
lu, ngali mu kibuga; nomusaja kubanga yatowaza
mukazi wa mune: bwotyo bwonogyanga obubi wa-
kati mugwe.

Naye omusaja bwasanganga omuwala ayogereze- 25
bwa mu nimiro, omusaja namuwaliriza, nasula
naye; omusaja eyasula naye yeka yanafanga:
naye omuwala tolimukola kintu; ku muwala te- 26
kuli kibi ekinamu'sa: kuba ngomuntu bwagoloko-
kera ku mune namu'ta, nekigambo ekyo bwekiri
bwekityo: kubanga yamusanga mu nimiro; omu- 27
wala ayogerezebwa nakuba endulu, newatabawo
amulokola.

Omusaja bwasanganga omuwala atamanyanga 28
musaja, atayogerezebwa, namukwata nasula naye
nebabalaba; awo omusaja eyasula naye alimuwa 29
kitawe womuwala sekeri eza feza amakumi atano,

era aliba mukaziwe, kubanga yamutowaza; tainza kumugoba enakuze zona.

30 Omusaja tawasanga mukazi wa kitawe, so tabikulanga lukugiro lwa kitawe.

23

1 Eyafumitibwa ebinege, oba eyasalibwako embolo, taingiranga mu kung'aniro lya Mukama.

2 Omwana omwebolereze taingiranga mu kung'aniro lya Mukama; okutusa ku mirembe ekumi tewabangawo ku babe abaingira mu kung'aniro

3 lya Mukama. Omwamoni oba Omumoabu taingiranga mu kung'aniro lya Mukama; okutusa ku mirembe ekumi tewabangawo ku bantu babwe abaingira mu kung'aniro lya Mukama enaku zona:

4 kubanga tebabasisinkana mu kubo nga balina emere nama'zi, bwemwava mu Misiri; era kubanga bawerera Balamu omwana wa Beola okumugya mu Pesola ekyomu Mesopotamiya, okukukoli-

5 mira. Naye Mukama Katondawo yagana okuwulira Balamu; naye Mukama Katondawo nafula ekikolimo okuba omukisa gyoli, kubanga Mukama

6 Katondawo yakwagala. Tononyanga mirembe gyabwe newakubade omukisa gwabwe enakuzo zona emirembe gyona.

7 Tokyawanga Mwedomu; kubanga mugandawo: tokyawanga Mumisiri; kubanga wali mugenyi

8 munsi yabwe. Abana abemirembe egyokusatu abalibazalirwa baliingira mu kung'aniro lya Mu-

9 kama. Bwotabalanga mu nsisira okulwana naba-

10 labebo, onekumanga mu buli kintu ekibi. Bwewabanga mumwe omusaja yena, atali mulongofu olwekyo ekinamubangako ekiro, anafulumanga mu

11 lusisira, taingiranga munda wolusisira: naye olunatukanga, obude bwebuwungeranga, ananabanga nama'zi: awo enjuba bwemalanga okugwa, naingi-

12 ranga mu lusisira. Era onobanga nekifo ebweru

wolusisira, gyonofulumanga: era onobanga neki- 13
fumu mu bintubyo; awo olunatukanga, bwonofu-
lumanga notula, onokisimyanga nokyuka nobika
kwekyo ekinakuvangamu: kubanga Mukama Ka- 14
tondawo atambulira wakati mu lusisiralwo, oku-
kuwonya, nokugabula abalabebo mu masogo; olu-
sisiralwo kyerunavanga lubera olutukuvu: aleme
okulaba mugwe ekintu kyona ekitali kirongofu,
nakukuba amabega.

To'zanga eri mukamawe omudu eyabomba ku 15
mukamawe okuja gyoli: anatulanga nawe, wakati 16
mugwe, mu kifo kyalyagala munda wenzigizo
olumu, walisinga okusima: tomujoganga.

Tewabanga mwenzi ku bawala ba Isiraeri, so 17
tewabanga alya ebisiyaga ku batabani ba Isiraeri.
Toletanga mpera ya mwenzi, newakubade empera 18
yembwa, mu nyumba ya Mukama Katondawo
olwobweyamo bwona: kubanga ebyo byombiriri
bya mizizo eri Mukama Katondawo.

Towolanga mugandawo lwa magoba; amagoba 19
agefeza, amagoba agebyokulya, amagoba agekintu
kyona ekiwolwa olwamagoba: omunagwanga si 20
kibi okumuwola olwamagoba; naye mugandawo
tomuwolanga lwa magoba: Mukama Katondawo
alyoke akuwenga omukisa mu byona byotekako
omukonogwo, munsi gyoingiramu okugirya.

Bwoneyamanga obweyamo Mukama Katonda- 21
wo, totenguwanga kubusasula: kubanga Muka-
ma Katondawo talirema kububuza gyoli; era kya-
ndibade kibi mugwe. Naye bwolekanga okwe- 22
yama, tekiriba kibi mugwe. Ekyali kivude mu 23
mimwagyo onokyekumanga nokikola; nga bwewe-
yama Mukama Katondawo, ekiwebwayo kububwo,
kyewasubiza nakamwako.

Bwoingiranga mu lusuku olwemizabibu olwa 24
muno, si kibi okulya ezabibu oku'kuta nga bwoya-
gala gwe: naye toterekangako mu kintukyo.

Bwoingiranga mu ng'ano etenakungulwa eya 25

muno, si kibi okunoga ebirimba nengalozo; naye totekanga kiwabyo ku ng'ano etenakungulwa eya muno.

24

1 Omusaja bwatwalanga omukazi namuwasa, awo olunatukanga, bwataganjenja na katono mu masoge, kubanga alabye kuye ekitali kirungi, anamuwandikiranga ebaluwa eyokumugoba, nagimuwa mu
2 ngaloze, namugoba mu nyumbaye. Awo bwabanga avude mu nyumbaye, ainza okugenda okuba (omu-
3 kazi) womusaja omulala. Era bawe owokubiri bwamukyawanga, namuwandikira ebaluwa eyokumugoba, nagimuwa mu ngaloze, namugoba mu nyumbaye; oba bawe owokubiri bwafanga, eya-
4 muwasa; bawe owoluberyeberye, eyamugoba, tamutwalanga nate okumuwasa, bweyamala okwononebwa; kubanga ekyo kya muzizo mu maso ga Mukama: so tokozanga nsi bibi, Mukama Katondawo gyakuwa okuba obusika.

5 Omusaja bwawasanga omukazi omugya, tatabalanga na gye, so tasalirwanga mirimu gyona: anamalanga omwaka gumu eka nga ye'sa, anasanyusanga omukazi gwawasi'za.

6 Omuntu yona tasingirwanga lubengo newakubade enso: kubanga asingirwa obulamu (bwomuntu).

7 Bwebasanganga omuntu nga'ba omuntu yena ku bagandabe abana ba Isiraeri, namukola ngomudu, oba namutunda; awo omu'bi oyo ana'tibwanga: bwotyo bwonogyanga obubi wakati mugwe.

8 Wekumenga mu kibonobono ekyebigenge, okwatirenga dala okolenga byona bakabona Abalevi byebanabaigirizanga: nga bwenabalagira bo, bwemutyo bwemunakwatanga okukola.

9 Jukira Mukama Katondawo bweyamukola Miryamu, mu kubo bwemwali muva mu Misiri.

Bwoyazikanga muno ekintu kyona ekyazikibwa, toingiranga mu nyumbaye okukima omusingogwe. Onoimiriranga ebweru, nomuntu gwoyazika anafulumyanga omusingo ebweru gyoli. Era bwabanga omwavu, tosulanga ngolina omusingogwe: tolemanga kumudiza musingo obude bwebunawungēranga, alyoke asule mu kyambalokye, era akusabire omukisa: era kiriba butukirivu eri gwe mu maso ga Mukama Katondawo.

Tojoganga musenze akolera empera omwavu eyetaga, bwaba ku muwendo gwa bagandabo oba ku muwendo gwa banagwangabo abali munsi yamwe munda wenzigizo: ku lunakulwe onomuwanga emperaye, so nenjuba tegwanga ngekyaliyo; kubanga mwavu, era agitekako omwoyogwe: aleme okukabiriranga okukuwawabira, nekiba kibi gyoli.

Bakitabwe teba'tibwanga okubalanga abana babwe, so nabana teba'tibwanga okubalanga bakitabwe: buli muntu bamulangenga ekibikye ye okumu'ta.

Tokyamyanga musango gwa munagwanga, newakubade ogwatalina kitawe; so tosingirwanga kyambalo kya munamwandu: naye onojukiranga nga wali mudu mu Misiri, Mukama Katondawo nakununula nakugyayo: kyenva nkulagira okukolanga ekigambo ekyo.

Bwokungulanga ebikungulwabyo mu nimiroyo newerabira ekinywa mu nimiro, todangayo nate okukikima: kinabanga kya munagwanga, kyatalina kitawe, era kya munamwandu: Mukama Katondawo alyoke akuwenga omukisa mu mulimu gwona ogwengalozo.

Bwokubanga omuzeitunigwo, todanga mu matabi lwa kubiri: gunabanga gwa munagwanga, gwatalina kitawe, era gwa munamwandu. Bwokungulanga (ezabibu) ezomulusukulwo, todangamu ngomaze omulundi gumu: lunabanga lwa munagwanga, lwatalina kitawe, era lwa munamwandu.

22 Era onojukiranga nga wali mudu munsi Yemisiri: kyenva nkulagira okukolanga ekigambo ekyo.

25

1 Bwewabangawo empaka nabantu, nebaja okusalirwa omusango, nebabagusalira; banasaliranga omutukirivu okugusinga, nomubi okusingibwa;
2 awo olunatukanga, omubi bwabanga a'zi'za ogunamukubya, omulamuzi anamugalamizanga, anamukubyanga mu masoge, ngobubibwe bwebuli, emigo
3 emibale. Ainza okumusalira emigo ana, tasusangawo: mugandawo aleme okufanana atali wa muwendo gyoli, bwabanga asusi'zawo ngamukubye emigo mingi okusinga egyo.
4 Togisibanga kamwa ente ngewula.
5 Aboluganda bwebanaberanga awamu, omu kubo nafa, nga talina mutabani, omukazi woyo afude tafumbirwanga walala atali wa luganda: muganda wa 'ba aingire gyali, amuwase, amukolere ebi-
6 gwanira muganda wa 'ba. Awo olunatukanga, omuberyeberye gwalizala yanasikiranga erinya lya mugandawe eyafa, erinyalye lireme okusangulibwa
7 okuva mu Isiraeri. Era omusaja bwabanga tayagala kuwasa mukazi wa mugandawe, mukazi wa mugandawe ayambukenga mu mulyango eri abakade, ayogere nti Muganda wa baze agana okumuimusiza mugandawe erinya mu Isiraeri, tayagala
8 kunkolera ebigwanira muganda wa baze. Awo abakade bomukibuga kyabwe bamuitenga, bamugambe: awo bwanaimiriranga nayogera nti Sagala
9 kumuwasa; awo mukazi wa mugandawe ajenga gyali mu maso gabakade, ananule engato mu kigerekye, awande amalusu mu masoge; ademu ayogere nti Bwekityo bwekirikolerwa omusaja atazi-
10 mba nyumba ya mugandawe. Era erinyalye liitibwenga mu Isiraeri nti Nyumba yoyo eyananulirwa engato.

Abasaja bwebabanga balwana boka na boka, mu- 11
kazi womu nasembera okulokola bawe mu muko-
no gwoyo amukuba, nagolola omukonogwe, namu-
kwata wamberi: omutemangako omukono, eriso- 12
lyo terisāsiranga.

Tobanga na bya kupima ebitali bimu, ekinene 13
nekitono, mu nsawoyo. Tobanga na bigero ebitali 14
bimu, ekinene nekitono, mu nyumbayo. Obenga 15
nekyokupima ekitukirivu ekitasoba; obenga neki-
gero ekitukirivu ekitasoba: enakuzo zibe nyingi
munsi Mukama Katondawo gyakuwa. Kubanga 16
bona abakola ebiri ngebyo, bona abakola ebitali
bya butukirivu, muzizo eri Mukama Kato-
ndawo. Jukira Amaleka bweyakukolera mu 17
kubo bwemwali nga muva mu Misiri; bweyaku- 18
sanga mu kubo, na'ta abasembi enyumawo, abana-
fu bona abenyuma, bwewazirika era ngokoye;
natatya Katonda. Awo olulituka, Mukama Kato- 19
ndawo bwaliba ngakuwade okuwumula eri abalabe-
bo bona enjuwi zona, munsi Mukama Katondawo
gyakuwa okuba obusika okugirya, kyoliva osangu-
la okujukizibwa kwa Amaleka wansi wegulu: te-
werabiranga.

26

Awo olulituka, bwoliba ngoingide munsi Mu- 1
kama Katondawo gyakuwa okuba obusika, nogi-
rya, notula omwo; olitola ku biberyeberye byebi- 2
bala byona ebyetaka, byoligya munsiyo Mukama
Katondawo gyakuwa: nobiteka mu kibo, nogenda
mu kifo Mukama Katondawo kyalyeroboza oku-
tuza omwo erinyalye. Era olija eri kabona aliba- 3
wo mu biro ebyo, nomugamba nti Njatulide lero
Mukama Katondawo nga nyingide munsi Muka-
ma gyeyalairira bajaja bafe okugituwa. Awo 4
kabona alitola ekibo ngakigya mu mukonogwo,

nakisa wansi mu maso gekyoto kya Mukama Kato-
5 ndawo. Nawe olidamu noyogera mu maso ga
Mukama Katondawo nti Omusuli eyali nganatera
okubula ye yali kitange, naserengeta mu Misiri,
natula omwo, omuwendogwe nga mutono ; nafuka
6 eyo egwanga, edene, eryamanyi, eryayala. Aba-
misiri nebatukola bubi, nebatubonyabonya, neba-
7 tutekako obudu obukakanyavu: netukowola Muka-
ma Katonda wa bajaja bafe, Mukama nawulira
edobozi lyafe, nalaba okubonabona kwafe, nokutega-
8 na kwafe, nokujogebwa kwafe: Mukama natugya mu
Misiri nengalo ezamānyi nomukono ogwagololwa,
9 nentisa enyingi, nobubonero nebyamagero : natui-
ngiza mu kifo muno, natuwa ensi eno, ensi ekulu-
10 kuta namata nomubisi gwenjuki. Era kakano, laba,
ndese ebiberyeberye ebyokubibala byetaka, lyo-
mpade gwe, ai Mukama. Era olibiteka wansi mu
maso ga Mukama Katondawo, nosinza mu maso
11 ga Mukama Katondawo: era olisanyukira ebirungi
byona Mukama Katondawo byakuwade gwe nenyu-
mbayo, gwe Nomulevi nomunagwanga ali waka-
tiwo.

12 Bwonomalanga okusoloza ekitundu ekyekumi
ekyekyengerakyo kyona mu mwaka ogwokusatu,
gwe mwaka ogusololezebwamu ekitundu ekyeku-
mi, nolyoka okiwa Omulevi, nomunagwanga, na-
talina kitawe, nomunamwandu, balire munda we-
13 nzigizo ba'kute ; era onoyogeranga mu maso ga
Mukama Katondawo nti Ebintu ebyatukuzibwa
mbigye mu nyumba yange, era mbiwade Omulevi,
nomunagwanga, natalina kitawe, nomunamwandu,
ngekiragirokyo kyona bwekiri kyewandagira : si-
sobe'za ku biragirobyo na kimu, so sibyerabide:
14 sikiryangako nga nkyali nu naku zange, so sikite-
rekangako nga ndi si mulongofu, so sikiwangako
olwabafu : nawulira edobozi lya Mukama Kato-
nda wange, nkoze nga byona bwebiri byewandagira.
15 Tunula ngoima mu kifokyo ekitukuvu mwotula,

mu gulu, obawe omukisa abantubo Isiraeri, netaka lyotuwade, nga bwewalairira bajaja bafe, ensi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki.

Lero Mukama Katondawo akulagira okukolanga 16
amateka gano nemisango: kyonovanga obyekuma nobikola nomutimagwo gwona nememeyo yona. Oyatude lero Mukama nga ye Katondawo, era 17
ngonotambuliranga mu makuboge, newekumanga amatekage nebiragirobye nemisangogye, nowuliranga edobozirye: era Mukama ayatude lero gwe 18
okubera egwanga eryenvuma eri ye ye nyini, nga bweyakusubiza, era wekumenga ebiragirobye byona; era akugulumize okusinga amawanga gona 19
geyakola, olwetendo nolwerinya nolwekitibwa; era obere egwanga etukuvu eri Mukama Katondawo, nga bweyayogera.

27

Awo Musa nabakade ba Isiraeri nebalagira aba- 1
ntu, nga bogera nti Mwekumenga ekiragiro kyona kyembalagira lero. Awo olulituka ku lunaku 2
olwo lwemulisomoka Yolidani okuingira munsi Mukama Katondawo gyakuwa, olyesimbira amainja amanene, nogasigako enoni: era oliwandika 3
kugo ebigambo byona ebyamateka gano, bwolimala okusomoka; olyoke oingire munsi Mukama Katondawo gyakuwa, ensi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki, nga Mukama, Katonda wa bajajabo, bweyakusubiza. Awo olulituka bwemuli- 4
ba nga musomose Yolidani, nemulyoka musimba amainja gano, gembalagira lero, ku lusozi Ebali, nogasigako enoni. Era olizimbira eyo ekyoto kya 5
Mukama Katondawo, ekyoto ekyamainja: togaimusangako kintu kya kyuma. Ekyoto kya Mu- 6
kama Katondawo onokizimbyanga amainja agatali

mateme: era okwo kwonoweranga ebiwebwayo
7 ebyokebwa eri Mukama Katondawo: era onosalanga ebiwebwayo olwemirembe, noliranga eyo;
era onosanyukanga mu maso ga Mukama Kato-
8 ndawo. Era oliwandikira dala bulungi ku mainja ago ebigambo byona ebyamateka gano.
9 Awo Musa ne bakabona Abalevi nebagamba Isiraeri yena nti Musirike, muwulire, gwe Isiraeri;
10 lero ofuse egwanga lya Mukama Katondawo. Kyonovanga ogondera edobozi lya Mukama Katondawo, nokola ebiragirobye namatekage, byenkulagira lero.
11 Awo Musa nakutira abantu ku lunaku olwo,
12 ngayogera nti Bano be baliimirira ku lusozi Gerizimu okusabira abantu omukisa nga mumaze okusomoka Yolidani; Simeoni, ne Levi, ne Yuda, ne
13 Isakali, ne Yusufu, ne Benyamini: era bano be baliimirira ku lusozi Ebali olwokukolima; Leubeni, Gada, ne Aseri, ne Zebuluni, Dani, ne Nafu-
14 tali. Awo Abalevi balidamu nebagamba abasaja bona aba Isiraeri nedobozi dene nti
15 Akolimirwe omuntu akola ekifananyi ekyole oba ekifumbe, ekyomuzizo eri Mukama, omulimu gwengalo zomukozi, nakisimba mu kyama. Abantu bona nebadamu nebagamba nti Amina.
16 Akolimirwe oyo anyoma kitawe oba nyina. Abantu bona nebagamba nti Amina.
17 Akolimirwe oyo ajulula ensalo ya muliranwawe. Abantu bona nebagamba nti Amina.
18 Akolimirwe oyo akyamya omuzibe wamaso okuva mu kubo. Abantu bona nebagamba nti Amina.
19 Akolimirwe oyo akyamya ensonga eyomunagwanga natalina kitawe nomunamwandu. Abantu bona nebagamba nti Amina.
20 Akolimirwe oyo asula ne mukazi wa kitawe; kubanga abikude olukugiro lwa kitawe. Abantu bona nebagamba nti Amina.

Akolimirwe oyo asula nensolo yona yona. Abantu bona nebagamba nti Amina. 21

Akolimirwe oyo asula ne mwanyina, muwala wa kitawe oba muwala wa nyina. Abantu bona nebagamba nti Amina. 22

Akolimirwe oyo asula ne mukodomiwe. Abantu bona nebagamba nti Amina. 23

Akolimirwe oyo akuba muliranwawe mu kyama. Abantu bona nebagamba nti Amina. 24

Akolimirwe oyo alya empera eyoku'sa omuntu ataliko musango. Abantu bona nebagamba nti Amina. 25

Akolimirwe oyo atanyuweza bigambo bya mateka gano okubikolanga. Abantu bona nebagamba nti Amina. 26

28

Awo olulituka, bwolinyikira okuwulira edobozi lya Mukama Katondawo, okukwata ebiragirobye byona byenkulagira lero, okubikolanga, Mukama Katondawo alikugulumiza okusinga amawanga gona agali kunsi: nemikisa gino gyona girikujira, girikutukako, bwoliwulira edobozi lya Mukama Katondawo. Oliba nomukisa mu kibuga, era oliba nomukisa mu kyalo. Ekibala kyomubirigwo kiriba nomukisa, nekibala kyetakalyo, nekibala kyekisibokyo, ezade lyentezo nabana bembuzizo. Eki'bokyo kiriba nomukisa nolutibalwo olwokugoyeramu. Oliba nomukisa bwoliingira, era oliba nomukisa bwolifuluma. Mukama alikubya mu masogo abalabebo abakugolokokerako: balifuluma okukutabala mu kubo limu, nebaduka mu masogo mu makubo musanvu. Mukama aliragira omukisa (okuba) kugwe mu mawanikago, ne mu byona byotekako omukonogwo; era alikuwera mukisa munsi Mukama Katondawo gyakuwa. 1 2 3 4 5 6 7 8

9 Mukama alikunyuweza okuba egwanga etukuvu
eri ye, nga bweyakulairira; bwolikwata ebiragiro
bya Mukama Katondawo notambulira mu maku-
10 boge. Awo amawanga gona agokunsi galiraba
ngotumidwa erinya lya Mukama; nebakutya.
11 Era Mukama alikugagawaza olwebirungi, mu bi-
bala byomubirigwo ne mu bibala byensolozo ne
mu bibala byetakalyo, munsi Mukama gyeyalairi-
12 ra bajajabo okukuwa. Mukama anaku'gulirangawo eterekerolye edungi egulu okugaba enkuba yensiyo mu bude bwayo, nokuwa omukisa omulimo gwona ogwomukonogwo: era oliwola amawanga
13 mangi, so tolyewola. Era Mukama alikufula omutwe so si mukira; era oliba wagulu woka so si wansi; bwoliwulira ebiragiro bya Mukama
14 Katondawo, okubikwata nokubikola; nolema okukyama okuva mu kigambo kyona kwebye byembalagira lero, okugenda ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono, okugoberera bakatonda abalala okubawereza.

15 Naye olulituka, bwotoliwulira dobozi lya Mukama Katondawo, okukwata ebiragirobye byona namatekage byenkulagira lero okubikola; ebikolimo
16 bino byona birikujira, birikutukako. Olikolimi-
17 rwa mu kibuga, era olikolimirwa mu kyalo. Eki-'bokyo kirikolimirwa nolutibalwo olwokugoyera-
18 mu. Ebibala byomubirigwo birikolimirwa, nebibala byetakalyo, ezade lyentezo, nabana bembuzizo.
19 Olikolimirwa bwoliingira, era olikolimirwa bwo-
20 lifuluma. Mukama alikusindikako okukolimirwa nokulemwa nokunenyezebwa, mu byona byotekako omukonogwo okukola, okutusa lwolizikirizibwa, nokutusa lwolifafagana amangu; olwo-
21 bubi bwebikolwabyo ebyakunsengusa. Mukama alikulwaza kawumpuli yegatenga nawe okutusa lwalikumalawo okuva kunsi, gyoingiramu okugi-
22 rya. Mukama alikukubya akakono, nomusuja, nokuzimba, nokwokya okungi, nekitala, nokwo-

noneka, nokugengewala ; era birikugoberera okutusa lwolizikirira. Negululyo eriri wagulu ku 23
mutwegwo liriba kikomo, netaka eriri wansiwo
liriba kyuma. Mukama alifula enkuba eyensiyo 24
okuba efufuge nenfufu : mu gulu mweriva okuka
kugwe, okutusa lwolizikirizibwa. Mukama aliku- 25
kubya mu masogabalabebo: olifuluma okubatabala
mu kubo limu, era oliduka mu makubo musa-
nvu mu maso gabwe : era onoyugamizibwanga
eruwi neruwi mu bwakabaka bwona obwensi. No- 26
mulambogwo guliba kya kulya kya nyonyi zona
ezomubanga, era kya nsolo ezokunsi, so tewalibawo
alizigung'umula. Mukama alikuletako ejute 27
Eryemisiri, namabwa, nolukonvuba nobuwere ebi-
takuwonyezekako. Mukama alikuletako edalu 28
nobuzibe bwamaso nokusamalirira kwomutima :
era oliwamanta mu tuntu, ngomuzibe wamaso 29
bwawamantira mu kizikiza, so toliraba mukisa mu
makubogo : era olijogebwa bujogebwa era olinya-
gibwa enaku zona, so tewalibawo alikulokola.
Olyogereza omukazi, nomulala alisula naye : olizi- 30
mba enyumba, so tolibera omwo : olisimba olu-
suku lwemizabibu, so tolirya bibala byalwo.
Enteyo eri'tirwa mu masogo, so toligiryako : endo- 31
goiyo erinyagirwa lwa manyi mu masogo, so teri-
kudizibwa: endigazo zirigabirwa abalabebo, so toli-
bako alikulokola. Batabanibo nabawalabo baliga- 32
birwa egwanga edala, era amasogo galitunula,
galiziba olwokubegomba okuzibya obude : so
tewalibawo kintu ekiriba mu buinza bwomukono-
gwo. Ebibala byetakalyo, nemirimugyo gyona, 33
egwanga lyotomanyi liribirya ; era olijogebwa
bujogebwa era olibetentebwa enaku zona : noku- 34
laluka nolaluka olwokulaba kwamasogo kwoliraba.
Mukama alikulwaza amavivi namagulu ejute ebi, 35
lyotowonyezeka, okuva munda wekigerekyo oku-
tusa ku bwezinge bwomutwegwo. Mukama aliku- 36
leta gwe ne kabaka gwoliimusa okukufuga,

eri egwanga lyotomanyanga gwe newakubade bajajabo; era oliwerereza eyo bakatonda abalala,
37 emiti namainja. Era olifuka ekyewunyo, olugero,
nekigambo kya buwemu mu mawanga gona
38 Mukama gyalikutwala. Onofulumyanga mu
nimiro ensigo nyingi, onoingizanga ntono; ku-
39 banga enzige erigirya. Onosimbanga ensuku zemizabibu nozirima, naye tolinywa ku mwenge gwamu newakubade okukungula; kubanga akawuka
40 kaligirya. Oliba nemizeituni mu nsalozo zona,
naye tolisāba mafuta gagyo; kubanga omuzeitu-
41 nigwo gulikunkumula amagu. Olizala abana abobulenzi nabobuwala, naye tebaliba babo;
42 kubanga balitwalibwa mu busibe. Emitigyo gyona nebibala byetakalyo enzige eribirya.
43 Omunagwanga ali wakati mugwe alyeyongerayongera okulinya wagulu okukusinga; nawe olye-
44 yongerayongera oku'ka wansi. Alikuwola, nawe tolimuwola: aliba mutwe, nawe oliba mukira.
45 Era ebikolimo ebyo byona birikujira, birikugoberera, birikutukako okutusa lwolizikirizibwa; kubanga tewawulira dobozi lya Mukama Katondawo, okukwata ebiragirobye namatekage byeyaku-
46 lagira: era biriba kugwe okuba akabonero nekye-
47 wunyo, ne ku zaderyo enaku zona: kubanga tewawereza Mukama Katondawo nesanyu era nomutima ogujaguza, olwebintu byona okuba ebingi:
48 kyoliva owereza abalabebo Mukama balisindika okukulumba, ngolumwa enjala nenyonta, era ngoli bwerere, era ngobulwa ebintu byona: era aliteka ekikoligo ekyekyuma ku nkotoyo, okutusa lwali-
49 mala okukuzikiriza. Mukama alikuletako egwanga ngaligya wala mu nkomeĕero yensi, ngempungu bwebuka; egwanga lyotolitegera lulimi lwalyo;
50 egwanga eryobwenyi obukambwe, eritalitya maso
51 ga bakade, so teririsasira bato: era alirya ebibala byensolozo, nebibala byetakalyo, okutusa lwolizikirizibwa: era eritalikulekera ng'ano, newakubade

omwenge, newakubade amafuta, ezade lyentezo, newakubade abana bembuzizo, okutusa lwalikuzikiriza. Era alikuzingiza mu miryangogyogyona, 52
okutusa enkomerazo empanvu eziriko ebigo zewesiga lwezirigwa munsiyo yona: era alikuzingiza mu miryangogyo gyona munsiyo yona, Mukama Katondawogyakuwade. Era olirya ebibala 53
byomubirigwo gwe, enyama yabanabo abobulenzi nabobuwala Mukama Katondawo bakuwade; mu kuzingizibwa ne mu kuziizibwa abalabebo kwebalikuziiza. Omusaja omugonvu mumwe 54
era omwenānyi enyo, erisolye liriba 'bi eri mugandawe neri omukazi owomukifubakye, neri abanabe abasigade abakyaliwo: nobutawa natawa 55
muntu yena kubo ku nyama yabanabe balirya nga taliko ekimusigalide; mu kuzingizibwa ne mu kuziizibwa omulabewo kwalikuziiza mu miryangogyo gyona. Omukazi omugonvu mumwe era 56
omwenānyi, ataganya kulinyisa ku taka kigerekye olwokwenānya nobugonvu, erisolye liriba bi eri ba owomukifubakye, neri mutabaniwe, neri muwalawe; neri omwanawe omuto afuluma wakati 57
webigerebye, neri abanabe balizala; kubanga alibalya nkiso olwokubulwa ebintu byona: mu kuzingizibwa ne mu kuziizibwa omulabewo kwalikuziiza mu miryangogyo. Bwotolikwata 58
bigambo byona ebyomumateka gano ebiwandikidwa mu kitabo kino okubikolanga, olyoke otye erinya lino eryekitibwa era eryentisa, Mukama Katondawo: awo Mukama alifula ebibonyobonyo- 59
byo bya kitalo, nebibonyobonyo byezaderyo, ebibonyobonyo ebinene era ebirwawo enyo, era endwade enkambwe era ezirwawo enyo. Era 60
alikuletako nate endwade zona Ezemisiri zewatyanga; era ziryegata nawe. Era na buli 61
ndwade na buli kibonyobonyo ekitawandikidwa mu kitabo ekyamateka gano, ebyo Mukama alibikuletako, okutusa lwolizikirizibwa. Era 62

mulisigalawo omuwendo gwamwe nga mutono, newakubade nga mwali ngemunyenye ezomugulu olwobungi; kubanga tewawulira dobozi lya
63 Mukama Katondawo. Awo olulituka, Mukama nga bweyabasanyukirako okubakola obulungi nokubāza; bwatyo Mukama alibasanyukirako okubazikiriza nokubafafaganya; era muligyi-
64 bwako okuva kunsi gyoingira okugirya. Era Mukama alikusasanya mu mawanga gona, okuva ku nkomerero yensi okutusa ku nkomerero yensi; era oliwerereza eyo bakatonda abalala botomanya-nga gwe newakubade bajajabo, emiti namainja.
65 Era mu mawanga ago toliraba kwesima kwona, so nekigerekyo tekiribako wekirinya okuwumula: naye Mukama alikuwa omutima ogukankana,
66 namaso agaziba, nememe ekozimba: nobulamubwo bunabusibwabusibwanga mu masogo; era onotyanga emisana nekiro, so tolibako kwote-
67 gerera obulamubwo (bwebunaba): enkya onoyogeranga nti Singa buwungede! era akawungezi onogeranga nti Singa bukede! olwokutya kwomutimagwo kwolitya, nolwokulaba kwamasogo
68 kwoliraba. Era Mukama aliku'za mu Misiri nate namato, mu kubo lyenakugambako nti Tolirirabe nate mulundi gwa kubiri: era eyo mulyetunda eri abalabe bamwe okuba abadu nabazana, so tewalibawo muntu alibagula.

29

1 Ebyo bye bigambo ebyendagano Mukama gyeyalagira Musa okulagana nabana ba Isiraeri munsi ya Moabu, obutasako ndagano gyeyalagana nabo ku Kolebu.

2 Era Musa naita Isiraeri yena nabagamba nti Mwalaba byona Mukama byeyakola mu maso gamwe munsi Yemisiri eri Falao neri abadube bona

neri ensiye yona; okukema okukulu amasogo 3
kwegalaba, nobubonero, nebyamagero biri ebikulu:
naye Mukama tabawade mutima gwa kutegera 4
namaso agokulaba namatu agokuwulira ne lero.
Nange nakamaze emyaka ana nga mbakulembera 5
mu dungu: ebyambalo byamwe tebikadiye ku-
mwe, nengatoyo tekadiye ku kigerekyo. Temwa- 6
lya ku mere so temwanywa ku mwenge newaku-
bade ekitamiza: mulyoke mumanye nga nze Mu-
kama Katonda wamwe. Era bwemwatuka mu 7
kifo kino, Sikoni kabaka Wekeseboni ne Oga ka-
baka Webasani nebasitula okulwana nafe, netu-
ba'ta: netulya ensi yabwe, netugiwa Abaleubeni 8
Nabagada nekitundu kyekika Kyabamanase, oku-
ba obutaka. Kale mwekumenga ebigambo ebye- 9
ndagano eno, mubikolenga, mulyoke mulabe omu-
kisa mu byona byemukola.

Muimiride lero mwena mu maso ga Mukama 10
Katonda wamwe; abakulu bamwe, ebika byamwe,
abakade bamwe, nabami bamwe, be basaja bona
aba Isiraeri, abana bamwe abato, abakazi bamwe, 11
nomunagwangawo ali wakati mu nsisirazo, okuva
ku mutyabi wenkuzo okutuka ku musenyi wa-
ma'zigo: olagane endagano ya Mukama Katonda- 12
wo kyakulairira lero: akunyuweze lero gyali ye 13
okuba egwanga, era abere Katonda gyoli,
nga bweyakugamba, era nga bweyalairira
bajajabo Ibulaimu, Isaka, ne Yakobo. So 14
siragana ndagano eno nendaira ekirairo kino
eri mwe mweka; naye eri oyo aimiride wano 15
awamu nafe lero mu maso ga Mukama Katonda
wafe, era neri oyo atali wano wamu nafe lero:
[kubanga mumanyi bwetwatula munsi Yemisiri; 16
era bwetwagukira wakati mu mawanga gemwaita-
mu; era mwalaba ebyemizizo byabwe, nebifa- 17
nanyi byabwe, emiti namainja, efeza nezabu,
ebyali mubo:] waleme okuba mumwe omusaja oba 18
mukazi oba nyumba oba kika, akyamya omutima-

gwe lero okuva ku Mukama Katonda wafe, okugenda okuwereza bakatonda abamawanga gali; waleme okuba mumwe ekikolo ekibala akalulwe
19 nabusinso; era olulituka bwawulira ebigambo ebyekikolimo kino, neyenyumiriza mu mutimagwe, ngayogera nti Ndiba nemirembe newenditambulira mu bukakanyavu bwomutima gwange,
20 okuzikiriza oyo atobye wamu nomukalu: Mukama talimusonyiwa, naye obusungu bwa Mukama nobugyabwe nebiryoka binyokera omusaja oyo, nekikolimo kyona ekiwandikidwa mu kitabo kino kirimubako, era Mukama alisangula erinyalye oku-
21 ligya wansi wegulu. Era Mukama alimwawulira obubi okumugya mu bika byona ebya Isiraeri, ngebikolimo byona bwebiri ebyendagano ewandi-
22 kidwa mu kitabo kino ekyamateka. Era ezade eriridawo abana bamwe abaliimuka okubadirira, nomunagwanga aliva munsi yewala, balyogera bwebaliraba ebibonyobonyo byensi eyo nendwade
23 Mukama zagirwazi'za; era ngensi yayo yona kiberiti na munyo na kusirira, nga si nsige, so tebala, so nomudo gwona tegumera omwo, ngokusulibwa Kwesodoma ne Gomola, Adama ne Zeboimu, Mukama byeyasula mu busungubwe ne mu kiruwi-
24 kye: amawanga gona galyogera nti Mukama ekimukoze'za ensi eno bwekityo kiki? okwokya kwo-
25 busungu buno obunene makulu ki? Abantu nebalyoka bogera nti Kubanga bāleka endagano ya Mukama, Katonda wa bajaja babwe, gyeyalagana
26 nabo bweyabagya munsi Yemisiri; nebagenda nebawereza bakatonda abalala, nebabasinza, bakatonda bebāli tebamanyi, era beyali tabawade:
27 obusungu bwa Mukama kyebwava bwaka kunsi eno, okugiretako ekikolimo kyona ekiwandikidwa
28 mu kitabo kino; awo Mukama nabasimbula munsi yabwe, mu busungu ne mu kiruwi ne mu kunyiga
29 okungi, nabasula munsi endala, nga lero. Ebyekyama biba bya Mukama Katonda wafe: naye ebibi-

kulibwa biba byafe era bya bana bafe, emirembe gyona, tulyoke tukole ebigambo byona ebyomumateka gano.

30

Awo olulituka, ebyo byona bwebirimala oku- 1
kujira, omukisa nekikolimo, byentade mu masogo,
nawe bwolibijukira mu mawanga gona Mukama
Katondawo gyakugobede, nokomawo eri Mukama 2
Katondawo, nogondera edobozirye nga byona bwe-
biri byenkulagira lero, gwe nabanabo, nomutima-
gwo gwona, era nememeyo yona; Mukama Kato- 3
ndawo nalyoka akyusa okunyagibwakwo, nakusa-
sira, nakomawo nakukung'anya ngakugya mu ma-
wanga gona, Mukama Katondawo gyeyakusasanyi-
za. Omuntu yena ku babo abagobebwa bwaba 4
ngali mu nsonda zegulu, Mukama Katondawo
alikugya eyo okukukung'anya, era alikukima eyo:
era Mukama Katondawo alikuingiza munsi bajaja- 5
bo gyebalya, nawe oligirya; era alikukola bulungi,
alikwaza okusinga bajajabo. Era Mukama Kato- 6
ndawo alikukomola omutima, nomutima gweza-
deryo, okwagala Mukama Katondawo nomuti-
magwo gwona, nememeyo yona, olyoke obe omu-
lamu. Era Mukama Katondawo aliteka obiko- 7
limo ebyo byona ku balabebo, ne kwabo abaku-
kyawa, abakuiganyanga. Era olikomawo nogo- 8
ndera edobozi lya Mukama, nokola ebiragirobye
byona, byenkulagira lero. Era Mukama Kato- 9
ndawo alikwaza mu mulimu gwona ogwomuko-
nogwo, mu bibala byomubirigwo, ne mu bibala
byekisibokyo, ne mu bibala byetakalyo, olwobu-
lungi: kubanga Mukama alikusanyukirako nate
olwobulungi, nga bweyasanyukira ku bajajabo:
obanga oligondera edobozi lya Mukama Kato- 10
ndawo, okwekumanga ebiragirobye namatekage

ebiwandikidwa mu kitabo kino ekyamateka;
obanga olikyukira Mukama Katondawo nomu-
timagwo gwona nememeyo yona.
11 Kubanga ekiragiro kino kyenkulagira lero tekii-
12 nze kukukalubirira, so tekiri wala. Tekiri mu
gulu nokwogera noyogera nti Ani anatulinyira mu
gulu, akituletere, atukiwulize, tulyoke tukikole?
13 So tekiri mitala wenyanja nokwogera noyogera
nti Ani alituwungukira enyanja, akituletere,
14 atukiwulize, tulyoke tukikole? Naye ekigambo
kikuli kumpi nyo, mu kamwako ne mu mutima-
gwo olyoke okikole.
15 Laba, lero ntade mu masogo obulamu nobulungi,
16 nokufa nobubi; kubanga nkulagira lero okwagala-
nga Mukama Katondawo, okutambuliranga mu
makuboge, nokwekumanga ebiragirobye nama-
tekage nemisangogye, olyoke obe omulamu oyale,
era Mukama Katondawo alyoke akuwe omukisa
17 munsi gyoingira okugirya. Naye omutimagwo
bwegulikyama nogana okuwulira, naye nosende-
bwasendebwa nosinza bakatonda abalala noba-
18 wereza; mbategereza dala lero nga temulirema
kuzikirira; temulimala naku zamwe nyingi kunsi
19 gyosomokera Yolidani okuingira okugirya. Mpita
egulu nensi okuba abajulirwa gyemuli lero, nga
ntade mu masogo obulamu nokufa, omukisa noku-
kolimirwa: kale weroboze obulamu, olyoke obe
20 omulamu, gwe nezaderyo: okwagalanga Mukama
Katondawo, okugonderanga edobozirye, nokwega-
tanga naye: kubanga oyo bwe bulamubwo, era
kwe kuwangala enakuzo: olyoke otule munsi
Mukama gyeyalairira bajajabo, Ibulaimu Isaka,
ne Yakobo, okubawa.

31

Awo Musa nagenda nabulira Isiraeri yena ebigambo ebyo. Nabagamba nti Lero nakamaze emyaka kikumi mwabiri; sikyainza kufuluma na kuingira: era Mukama yang'amba nti Toja kusomoka Yolidani ono. Katondawo yalikukulembera okusomoka; yalizikiriza amawanga gano mu masogo, nawe oligalya: era Yosuwa yalikukulembera okusomoka, nga Mukama bweyayogera. Era Mukama alibakola nga bweyakola Sikoni ne Oga, bakabaka Babamoli, nensi yabwe; beyazikiriza. Era Mukama alibagabula mu maso gamwe, namwe mulibakola ngekiragiro kyona bwekiri kyembalagide. Pera namanyi, guma omwoyo, totya so tobatekemukira: kubanga Mukama Katondawo ye wuyo agenda nawe; talikuleka so talikwabulira.

Awo Musa naita Yosuwa namugamba mu maso ga Isiraeri yena nti Bera namanyi, guma omwoyo: kubanga oligenda nabantu bano munsi Mukama gyevalairira bajaja babwe okubawa; era oligibasikiza. Era Mukama ye wuyo abakulembera; alibera nawe, talikuleka so talikwabulira: totya so totekemuka.

Awo Musa nawandika amateka gano nagawa bakabona abana ba Levi, abasitulanga esanduke eyendagano ya Mukama, nabakade bona aba Isiraeri. Awo Musa nabalagira ngayogera nti Buli myaka musanvu bweginagwangako, mu kisera ekyatekebwawo ekyomwaka ogwokusumululiramu, mu mbaga eyensisira, Isiraeri yena nga ba'ze okulabikira mu maso ga Mukama Katondawo mu kifo kyalyeroboza, onosomanga amateka gano mu maso ga Isiraeri yena mu matu gabwe. Okung'anyanga abantu, abasaja nabakazi nabana abato, nomunagwangawo ali munda wenzigizo, bawulire,

era baige, era batye Mukama Katonda wamwe, era bakwatenga ebigambo byona ebyamateka gano
13 okubikola; era abana babwe, abatanamanya, bawulire era baige okutya Mukama Katonda wamwe, enaku zona nga mukyatula munsi gyemusomokera Yolidani okugirya.
14 Mukama nagamba Musa nti Laba, enakuzo ziri kumpi kikugwanire okufa: ita Yosuwa, mweyanjule mu wema eyokusisinkanirangamu, ndyoke 'mulagire. Awo Musa ne Yosuwa nebagenda nebe-
15 yanjula mu wema eyokusisinkanirangamu. Awo Mukama nalabikira mu wema mu mpagi yekire: empagi yekire neimirira wagulu wolugi lwewema.
16 Mukama nagamba Musa nti Laba, olyebaka ne bajajabo; nabantu bano baligolokoka nebagenda nga bayenda okugoberera bakatonda abalala abomunsi, gyebagenda okubera mubo wakati, era balindeka nebamenya endagano yange gyenalagana nabo.
17 Obusungu bwange nebulyoka bwaka kubo ku lunaku luli, nange ndibaleka, era ndibakisa amaso gange, era baliribwa, nobubi nenaku nyingi biribajira; nokwogera nebogera ku lunaku luli nti Obubi buno si kyebuvude butujira kubanga Katonda
18 wafe si mufe? Era siririema kukisa maso gange ku lunaku luli olwobubi bwona bwebaliba nga bakoze,
19 kubanga bakyukide bakatonda abalala. Kale no kakano mwewandikire oluimba luno, era oluigirize abana ba Isiraeri: oluteke mu bumwa bwabwe, oluimba luno luberenga omujulirwa wange eri
20 abana ba Isiraeri. Kubanga bwendiba nga mbaingiziza munsi gyenalairira bajaja babwe, ekulukuta namata nomubisi gwenjuki; era bwebaliba nga balide neba'kuta, nebageja; nebalyoka bakyukira bakatonda abalala, nebabawereza, nebanyo-
21 ma nze, nebamenya endagano yange. Awo olulituka, obubi bungi nenaku bwebiriba nga bibajide, oluimba luno lulitegeza mu maso gabwe ngomujulirwa; kubanga terulyerabira okuva mu bu-

mwa bwezade lyabwe: kubanga 'manyi okulowoza kwabwe kwebagoberera, ne kakano, nga sinabaingiza munsi gyenalairira. Awo Musa nawandika oluimba luno ku lunaku olwo, naluigiriza abana ba Isiraeri. Nalagira Yosuwa omwana wa Nuni, nayogera nti Bera namanyi, guma omwoyo: kubanga oliingiza abana ba Isiraeri munsi gyenabalairira: nange ndibera wamu nawe.

Awo olwatuka, Musa bweyamalira dala okuwandika ebigambo ebyamateka gano mu kitabo, okutusa lwebyagwa, Musa nalagira Abalevi, abasitulanga esanduke yendagano ya Mukama ngayogera nti Mudire ekitabo kino ekyamateka, mukiteke ku mabali gesanduke yendagano ya Mukama Katonda wamwe, kibere eyo okuba omujulirwa gyoli. Kubanga 'manyi obujemubwo nensingoyo enkanyavu: laba, nga nkyali mulamu (nga nkyali) wamu namwe lero, mwabanga mwagala okujemera Mukama; temulyeyongera nyo nga 'maze okufa? Mukung'anye gyendi abakade bona abebika byamwe, nabami bamwe, ndyoke njogere ebigambo bino mu matu gabwe, era mpite egulu nensi okuba abajulirwa gyebali. Kubanga 'manyi nga mulyeyononera dala nga 'maze okufa, era mulikyama okuva mu kubo lyenabalagira; era obubi bulibabako mu naku ezenkomerero; kubanga mulikola ekiri mu maso ga Mukama ekibi, okumusunguwaza olwomulimu gwemikono gyamwe.

Era Musa nayogera mu matu gekibina kyona ekya Isiraeri ebigambo ebyoluimba luno, okutusa lwebyagwa.

32

1 Wulira, gwe egulu, nange nayogera;
Nensi ewulire ebigambo byakamwa kange:
2 Okuigiriza kwange kunatonya ngenkuba,
Okwogera kwange kunagwa ngomusulo;
Ngobukubakuba ku subi egonvu,
Era ngoluwandagirize ku mudo:
3 Kubanga natendera erinya lya Mukama:
Mumuwe obukulu Katonda wafe.
4 Lwazi, omulimugwe gwatukirira;
Kubanga amakuboge gona musango:
Katonda owobwesigwa atalina bubi,
Wa mazima oyo era wa nsonga.
5 Bākola ebitali bya butukirivu eri ye, si banabe, (lye) bala lyabwe:
Gye mirembe emikakanyavu egyakyama.
6 Bwemusasula Mukama bwemutyo,
Mwe abantu abasirusiru abatalina magezi?
Siye kitawo eyakugula?
Ye yakukola, ye yakunyuweza.
7 Jukira enaku ezeda,
Lowoza emyaka gyemirembe emingi:
Buza kitawo, anakulaga;
Abakadebo, banakubulira.
8 Ali wagulu enyo bweyawa amawanga obusika bwabwe,
Bweyayawula abana babantu,
Yasawo ensalo zamawanga
Ngomuwendo bwegwali ogwabana ba Isiraeri.
9 Kubanga omugabo gwa Mukama be bantube;
Yakobo gwe muteko gwobusikabwe.
10 Yamusanga munsi eyedungu,
Era mu kigumbo ekyerere (ensolo) wezikabira;
Yamwetolola, yamujanjaba,
Yamukuma ngemunyi yerisolye:

Ngempungu esasanya ekisu kyayo, 11
Epapalira ku bwana bwayo,
Yayanjuluza ebiwawatirobye, nabatwala
Nabasitula ku byoyabye.
Mukama yeka ye yamukulembera, 12
So tewabanga katonda mulala wamu naye.
Yamulinyisa ku bifo ebigulumivu ebyensi, 13
Nalya ekyengera ekyenimiro ;
Namununya omubisi gwenjuki okuva mu lwazi,
Namafuta okuva mu lwazi olwembalebale ;
Omuzigo gwente namata gendiga, 14
Namasavu gabana bendiga,
Nendiga enume ezengeri Eyebasani, nembuzi emandwa,
Neng'ano eya sava ngamasavu gensigo ;
Nonywa omwenge oguva mu musai gwomuzabibu.
Naye Yesuluni nasavuwala, nasamba : 15
Wasavuwala, wanenewala, wafuka munyirivu :
Nalyoka aleka Katonda eyamukola,
Nanyoma Olwazi olwobulokozibwe.
Bamukwasa obugya ne (bakatonda) abalala, 16
Bamusunguwaza nebyemizizo.
Bawanga sadaka balubale abatali Katonda, 17
Bakatonda bebatamanyanga,
(Bakatonda) abagya abakaja baimuke,
Bajaja bamwe bebatatyanga.
Lwazi eyakuzala tomujukira, 18
Era werabide Katonda eyakuzala.
Mukama nakiraba nabatamwa 19
Olwokusunguwaza kwa batabanibe ne bawalabe.
Nayogera nti Nabakisa amaso gange, 20
Ndiraba enkomerero yabwe bweriba :
Kubanga gye mirembe egyekyejo ekingi,
Abana omutali kukiriza.
Bankwasa obugya nekyo ekitali Katonda ; 21
Bansunguwaza nebigambo byabwe ebitalimu :
Nange ndibakwasa obugya eri abo abatali gwanga ;

Ndibasunguwaza negwanga esirusiru.
22 Kubanga omuliro gukolede mu busungu bwange,
Era gwase okutuka mu magombe aga wansi enyo,
Era gwokya ensi nekyengera kyayo,
Era gukoleza ensozi wezisibuka.
23 Ndibatūmako obubi;
Ndimalira obusale bwange kubo:
24 Balikozimba nenjala, nokwokya okungi kulibamalawo,
Nokuzikirira okukambwe;
Namanyo gensolo ndibasindikira,
Nobusagwa bwebyewalula ebyomunfufu.
25 Ebweru ekitala kinabafulanga bamulekwa,
Ne mu bisenge entisa;
(Kirizikiriza) omulenzi era nomuwala,
Ayonka era nomusaja ameza envi.
26 Nayogera nti Nandibasasanyi'za wala,
Nandimazeyo okujukirwa kwabwe mu bantu:
27 Singa satya kusunguwaza kwa mulabe,
Ababakyawa baleme okwerimba,
Baleme okwogera nti Omukono gwafe gugulumizibwa,
Era Mukama siyakoze bino byona.
28 Kubanga lye gwanga eritamanyi kutesa bigambo,
So temuli kutegera mubo.
29 Singa ba magezi nebategera ekyo,
Nebalowoza enkomerero yabwe eyoluvanyuma!
30 Omu yandigobye atya olukumi,
Nababiri bandidusi'za batya akakumi,
Lwazi wabwe singa teyabatunda,
Era Mukama singa teyabagabula?
31 Kubanga olwazi lwabwe teruli ng'anga olwazi lwafe,
Newakubade abalabe bafe be nyini nga be basala omusango.
32 Kubanga omuzabibu gwabwe gwava ku muzabibu Ogwesodoma,
Ne mu nimiro Ezegomola:

Ezabibu zabwe zabibu za kalulwe,
Ebirimba byazo bikawa:
Omwenge gwabwe busagwa bwa masota, 33
Era busagwa bukambwe bwa mbalasasa.
Kino tekyaterekwa gyendi, 34
Nga kitekedwako akabonero mu bugaga bwange?
Okuwalana kwange, nokusasula, 35
Obude bwebulituka ekigere kyabwe nekiserera:
Kubanga olunaku lwabwe olwokulaba enaku luli kumpi,
Nebigenda okubajira biryanguwa.
Kubanga Mukama alisalira abantube omusango, 36
Era alyejusa olwabadube;
Bwaliraba ngobuinza bwabwe buwedewo,
So tewali (asigade), oba musibe oba atali musibe.
Era alyogera nti Bakatonda babwe balirudawa, 37
Olwazi lwebesiganga;
Abalyanga amasavu agesadaka zabwe, 38
Abanywanga omwenge ogwekyo kyebawayo ekyokunywa.
Bagolokoke bababere,
Babe ekigo kyamwe.
Mulabe kakano nga nze, nze ye wuyo, 39
So tewali katonda wamu nange:
Nze nzi'ta, era nze mpa obulamu;
Nfumise, era mponya:
So tewali ainza okulokola okugya mu mukono gwange.
Kubanga ngolola omukono gwange eri egulu, 40
Nenjogera nti Nga bwendi omulamu emirembe gyona,
Bwendiwagala ekitala kyange ekimasamasa, 41
Omukono gwange negukwata ku musango;
Ndiwalana egwanga ku balabe bange,
Ndibasasula abo abankyawa.
Obusale bwange ndibutamiza omusai, 42
Nekitala kyange kirirya enyama;
Nomusai gwabo aba'tibwa nabawambibwa,

Okuva ku mutwe gwabo abakulembera abalabe.

43 Musanyuke, mwe amawanga, wamu nabantube:
Kubanga aliwalana egwanga lyomusai gwabadube,
Era alisasula abalabebe okubonerezebwa,
Era alitangirira ensiye, abantube.

44 Musa naja nayogera ebigambo byona ebyoluimba
luno mu matu gabantu, ye ne Kosea omwana wa
45 Nuni. Musa namalira dala okwogera ebigambo
46 ebyo byona eri Isiraeri yena: nabagamba nti Muteke omutima gwamwe ku bigambo byona byembategeza lero; byemuliragira abana bamwe, okukwata ebigambo byona ebyamateka ago okubikolanga.
47 Kubanga si kigambo ekitalimu gyemuli; kubanga bwe bulamu bwamwe, era olwekigambo ekyo kyemuliva muwangala enaku zamwe kunsi gyemusomokera Yolidani okugirya.

48 Mukama nagamba Musa ku lunaku olwo nti
49 Linya ku lusozi luno Abalimu, ku lusozi Nebo, oluli munsi ya Moabu, olwolekera Yeriko; olengere ensi ya Kanani gyembawa abana ba Isiraeri
50 okuba obutaka: ofire ku lusozi lwolinyako, okung'anyizibwe eri abantubo; nga Aloni muganda-wo bweyafira ku lusozi Kola, nakung'anyizibwa
51 eri abantube: kubanga mwansobyako wakati mu bana ba Isiraeri ku ma'zi Agemeriba mu Kadesi, mu dungu Zini; kubanga temwantukuza wakati
52 mu bana ba Isiraeri. Kubanga olirengera ensi mu masogo; naye toligendayo munsi gyembawa abana ba Isiraeri.

33

ERA guno gwe mukisa Musa omusaja wa Katonda gweyasabira abana ba Isiraeri nga tanaba kufa. 1
Nayogera nti 2
Mukama yava ku Sinai,
Era yabagolokokera ngava ku Seira;
Yamasamasa okuva ku lusozi Palani,
Nava eri obukumi bwabatukuvu:
Ku mukonogwe ogwadyo kwaliko amateka agomuliro gyebali.
Wewawo, ayagala amawanga; 3
Abatukuvube bona bali mu mukonogwo:
Nebatula ku bigerebyo;
(Buli muntu) aliwebwa ku bigambobyo.
Musa yatulagira amateka, 4
Obusika obwekibina kya Yakobo.
Era yali kabaka mu Yesuluni. 5
Emitwe gyabantu bwebakung'anyizibwa,
Ebika byona ebya Isiraeri wamu.
Leubeni abe omulamu, aleme okufa; 6
Naye abasajabe babe batono.
Era guno gwe (mukisa) gwa Yuda: nayogera nti 7
Wulira, Mukama, edobozi lya Yuda,
Omuingize eri abantube:
Nemikonogye yerwanirira;
Era oliba mubezi eri abalabebe.
Ne ku Levi nayogera nti 8
Sumimuwo ne Ulimuwo biri nomusajawo atya Katonda,
Gwewakemera Emasa,
Gwewawakana naye ku ma'zi Agemeriba;
Eyayogera ku kitawe ne ku nyina nti Simulabye; 9
So teyakiriza bagandabe,
So teyamanya banabe ye:

Kubanga bakute ekigambokyo,
Era bekuma endaganoyo.
10 Banaigirizanga Yakobo emisangogyo,
Ne Isiraeri (banamuigirizanga) amatekago:
Banatekanga ebyokwoteza mu masogo,
Nekiwebwayo ekyokebwa ekiramba ku kyotokyo.
11 Ebintubye, Mukama, biwenga omukisa,
Okirize omulimu gwemikonogye:
Ofumitire dalo ebiwato byabwe abanamugolokokerangako,
Nabo abamukyawa baleme okugolokoka nate.
12 Ku Benyamini nayogera nti
Omwagalwa wa Mukama anatulanga mirembe awali ye;
Amubikako okuzibya obude,
Era atula wakati webibegabegabye.
13 Ne ku Yusufu nayogera nti
Ensiye ewebwe Mukama omukisa;
Olwebyomuwendo omungi ebyomugulu, olwomusulo,
Nolwenyanja egalamira wansi,
14 Nolwebyomuwendo omungi ebyebibala byenjuba,
Nolwebyomuwendo omungi ebiva mu kukula kwemyezi,
15 Nolwebikulu ebyensozi ezeda,
Nolwebyomuwendo omungi ebyensozi ezitagwawo.
16 Nolwebyomuwendo omungi ebyensi nokujula kwayo,
Nekisa kyoyo eyatula mu kisaka:
(Omukisa) guje ku mutwe gwa Yusufu,
Ne ku bwezinge bwomutwe gwoyo eyayawulibwa ne bagandabe.
17 Ye nteye emberyeberye, obukulu bwe bubwe;
Namayembege mayembe ga mbogo:
Aligasindisa amawanga gona, enkomerero zensi:

Era bwe bukumi bwa Eferaimu,
Era ze nkumi za Manase.
Ne ku Zebuluni nayogera nti 18
Sanyuka, Zebuluni, mu kufulumakwo,
Nawe, Isakali, mu wemazo.
Baliita amawanga eri olusozi ; 19
Banaweranga eyo sadaka ezobutukirivu :
Kubanga balinuna okujula kwenyanja,
Nobugaga obukweke obwomumusenyu.
Ne ku Gada nayogera nti 20
Awebwe omukisa oyo agaziya Gada ;
Atula ngempologoma enkazi,
Natagula omukono, era obwezinge bwomutwe.
Neyeterekera omugabo ogwoluberyeberye, 21
Kubanga eyo ekitundu ekyomugabi wamateka kyaterekwa ;
Naja (awamu) nemitwe gyabantu,
Yakola ebyobutukirivu ebya Mukama,
Nemisangogye eri Isiraeri.
Ne ku Dani nayogera nti 22
Dani mwana wa mpologoma,
Abuka okuva mu Basani.
Ne ku Nafutali nayogera nti 23
Gwe Nafutali, a'kuse obuganzi,
Anyive omukisa gwa Mukama :
Gwe lya obugwanjuba nobukika obwadyo.
Ne ku Aseri nayogera nti 24
Aseri awebwe omukisa gwabana ;
Asimibwenga bagandabe,
Era anyikenga ekigerekye mu mafuta.
Ebisibabyo binabanga kyuma na kikomo ; 25
Era ngenakuzo, amanyigo bweganabanga bwegatyo.
Tewali afanana Katonda, gwe Yesuluni, 26
Eyebagala ku gulu olwokukubera,
Era ku banga mu bukulubwe obusinga.
Katonda atagwawo kye kifo kyotulamu, 27
Era emikono egitagwawo gikuwanirira :

Nasimbulamu abalabe mu masogo,
Nayogera nti Zikiriza.
28 Era Isiraeri atula mirembe,
Olu'zi lwa Yakobo (luli) lwoka,
Munsi eyeng'ano nomwenge ;
Wewawo, egululye litonya omusulo.
29 Olina omukisa, gwe Isiraeri :
Ani akufanana gwe, egwanga eryalokolwa Mukama,
Engabo eyokuberwakwo,
Era kye kitala ekyobukulubwo obusinga !
Era abalabebo balikujemulukukira ;
Nawe olirinya ku bifo byabwe ebya wagulu.

34

1 Awo Musa nava mu nsenyi za Moabu nalinya
ku lusozi Nebo, ku ntiko ya Pisiga, olwolekera
2 Yeriko. Mukama namulaga ensi yona Eyegireada
okutusa ku Dani ; ne Nafutali yona, nensi ya
Eferaimu ne Manase, nensi yona eya Yuda okutu-
3 sa ku nyanja eyemabega ; Nobukika obwadyo, No-
lusenyi olwekiwonvu Ekyeyeriko ekibuga ekye-
4 nkindu okutusa ku Zoala. Mukama namugamba
nti Eyo ye nsi gyenalairira Ibulaimu, Isaka, ne
Yakobo, nga njogera nti Ndigiwa ezaderyo : nku-
girengeze'za namasogo, naye tolisomoka kugenda-
5 yo. Awo Musa omudu wa Mukama nafira eyo
munsi ya Moabu, ngekigambo kya Mukama bwe-
6 kyali. Namuzika mu kiwonvu munsi ya Moabu
awolekera Ebesipeola : naye tewali muntu amanyi
7 amalaloge ne lero. Era Musa yali yakamaze emya-
ka kikumi mwabiri bweyafa : erisolye lyali teri-
zibye, so namanyige agobuzaliranwa gali tegake-
8 ndedeko. Abana ba Isiraeri nebakabira Musa ama-
ziga mu nsenyi za Moabu enaku asatu : awo ena-
ku ezokukabiramu nga banakuwalira Musa nezi-

gwa. Era Yosuwa omwana wa Nuni yali ajude 9
omwoyo ogwamagezi; kubanga Musa yali amutade-
ko emikono: abana ba Isiraeri nebamuwuliranga, nebakola nga Mukama bweyalagira Musa. Era 10
tewanaimuka mu Isiraeri nabi afanana Musa, Mukama gweyamanya ngalabagana namaso: mu bubo- 11
nero obwo bwona nebyamagero, Mukama byeyamutuma okukola munsi Yemisiri, eri Falao, neri
abadube bona, neri ensiye yona; ne mu mukono 12
ogwo gwona ogwamanyi, ne mu ntisa eyo yona
enene, Musa gyeyakola mu maso ga Isiraeri yena.

EKITABO

KYA

YOSUWA.

1

1 Awo olwatuka Musa omuwereza wa Mukama,
bweyamala okufa, Mukama namugamba Yosuwa,
omwana wa Nuni, omuwereza wa Musa, ngayo-
2 gera nti Musa, omuwereza wange, afude; kale
kakano golokoka, osomoke (omuga) guno Yoli-
dani, gwe, nabantu bano bona, (muingire) munsi
3 gyembawa bo, abana ba Isiraeri. Buli kifo
kyemulirinyamu ekigere kyamwe, nkibawade
4 mwe, nga bwenamugamba Musa. Okuva mu
lukola (nolusozi) luno Lebanoni, okutuka ku
muga omunene, gwe muga Firati, ensi yona Eya-
bakiti, era nokutuka ku nyanja enene ku luwi
5 olwebugwanjuba, we waliba ensalo yamwe. Tewa-
libera muntu yena aliinza okuimirira mu masogo
enaku zona ezobulamubwo: nga bwenaberanga ne
Musa, bwentyo bwendibera nawe: sirikwabulira so
6 sirikuleka. Damu amanyi, guma omwoyo: ku-
banga gwe olibasikiza abantu bano ensi eno gye-
7 nalairira bajaja babwe okugibawa. Naye mala
okudamu amanyi nokuguma enyo omwoyo,
okwekuma okukola ngamateka gona bwegali, Musa,
omuwereza wange, geyakulagira: tokyamanga
okugaleka ku mukono ogwadyo newakubade ogwa

kono, olyoke owebwe omukisa buli gyonogendanga
yona. Ekitabo kino ekyamateka tekiriva mu ka- 8
mwako, naye onokirowozangamu emisana nekiro,
olyoke wekume okukola nga byona bwebiri ebi-
wandikidwamu: kubanga bwolitereza bwotyo
ekubolyo, era bwoliwebwa omukisa bwotyo. Si 9
nze nkulagide? Damu amanyi, guma omwoyo;
totyanga, so tewekanganga: kubanga Mukama
Katondawo ali nawe buli gyonogendanga yona.

Yosuwa nalyoka alagira abami babantu, ngayo- 10
gera nti Muite wakati mu lusisira, mulagire aba- 11
ntu, nga mwogera nti Mwetekeretekere emere;
kubanga enaku esatu nga tezinaita mugenda oku-
somoka (omuga) guno Yolidani, okuingira okulya
ensi, Mukama Katonda wamwe gyabawa okugirya.

Era Abaleubeni, Nabagada, nekitundu ekyeki- 12
ka kya Manase Yosuwa nabagamba, ngayogera
nti Mujukire ekigambo Musa omuwereza wa 13
Mukama kyeyabalagira, ngayogera nti Mukama
Katonda wamwe abawa ekiwumulo, era alibawa
ensi eno. Bakazi bamwe, nabana bamwe abato, 14
nebisibo byamwe, balitula munsi Musa gyeyaba-
wa emitala wa Yolidani; naye mwe mulisomoka
mu maso ga baganda bamwe nga mulina ebyoku-
lwanyisa, abazira mwena abamanyi, mulibabera;
okutusa Mukama lwalimala okubawa baganda ba- 15
mwe ekiwumulo, nga (bwawade) mwe, era nabo
lwebalimala okulya ensi Mukama Katonda
wamwe gyabawa bo: nemulyoka mudayo munsi
gyemwalya, mugirye, Musa omuwereza wa Mu-
kama gyeyabawa emitala wa Yolidani ku luwi
olwebuvanjuba. Nebamudamu Yosuwa, nga bo- 16
gera nti Byona byotulagide tulibikola, era buli
gyonotutumanga tunagendanga. Nga bwetwa- 17
wuliranga Musa mu bigambo byona, nawe tu-
nakuwuliranga bwetutyo: kyoka Mukama Kato-
ndawo abe nawe, nga bweyali ne Musa. Buli mu- 18
ntu yena anajemeranga ekiragirokyo, era atali-

wulira bigambobyo mu byona byonomulagiranga, alitibwa : naye damu amanyi, guma omwoyo.

2

1 Yosuwa omwana wa Nuni natuma abantu ba-
biri nkiso okuva mu Sitimu okuketa, ngayogera
nti Mugende, mukebere ensi ne Yeriko. Neba-
genda, nebaingira mu nyumba eyomwenzi, erinya-
2 lye Lakabu, nebasulayo. Kabaka Weyeriko neba-
mubulira, nga bogera nti Laba, waingide muno
3 ekiro ku bana ba Isiraeri okuketa ensi. Kabaka
Weyeriko natumira Lakabu, ngayogera nti Goba
abantu abaze gyoli, abaingide mu nyumbayo :
4 kubanga baze okuketa ensi yona. Omukazi naba-
twala bombi, nabakisa ; nayogera nti Wewawo,
abantu baze gyendi, naye nabade simanyi gyeba-
5 vude : awo obude bwebwatuse okugalawo wanka-
ki, ngenzikiza ekute, abantu nebagenda : abantu
gyebaze simanyi : mubagoberere mangu ; kuba-
6 nga munabatukako. Naye yali abalinyisiza ku
kasolya, nababikako emiti egyobugogwa, gyeyali
7 atesetese obulungi ku kasolya. Abantu nebaba-
goberera mu kubo erya Yolidani okutuka ku mu-
somoko : ababagoberera bwebamala okuvayo, ne-
8 balyoka bagalawo wankaki. Bo nga tabanebaka,
9 nalinya gyebali ku kasolya ; nabagamba abantu
nti Manyi nga Mukama abawade ensi, era ngentisa
yamwe etukute, era ngabali munsi bona basanuka
10 mu maso gamwe. Kubanga twawulira Mukama
bweyakaliza Enyanja Emyufu mu maso gamwe,
bwemwava mu Misiri ; era kyemwakola bakabaka
ababiri Ababamoli, abali emitala wa Yolidani, Si-
11 koni ne Oga, bemwazikiririza dala. Nafe bwe-
twakiwulira, emitima gyafe negiryoka gisanuka, so
tewali muntu asigalamu omwoyo gwona, kulwa-
mwe : kubanga Mukama Katonda wamwe, oyo ye

Katonda wagulu mu gulu, era wansi kunsi. Kale 12
kakano, mbegairide, mundairire Mukama, ku-
banga mbakoze bulungi, namwe okugikola obu-
lungi enyumba ya kitange, era mumpe akabonero
akamaz'ma : era nokuwonya kitange ne mange ne 13
banyinaze ne baganda bange ne byona byebalina,
nokulokola obulamu bwafe mu kufa. Abantu 14
nebamugamba nti Obulamu bwafe buligata obu-
lamu bwamwe, bwemutalibulira bigambo byafe
bino : awo Mukama bwalituwa ensi, netulyoka
tukukolera ekisa namazima. Awo nabasa nomu- 15
gwa ngabaisa mu kituli ; kubanga enyumbaye yali
ekwatanye ku bugwe owekibuga, naye yabera ku
bugwe. Nabagamba nti Mugende ku lusozi, aba- 16
bagoberede baleme okubasanga ; era mwekwekereyo
enaku satu, okutusa ababagoberede lwebalikomawo;
oluvanyuma muliinza okugenda. Abantu nebamu- 17
gamba nti Tetuliza musango ku kirairokyo kino
kyotulaiziza. Laba, bwetulija munsi, olisiba aka- 18
gwa kano akamyufu mu kituli kyotuisizamu :
era olikunganyiza mu nyumba gyoli kitawo ne nyo-
ko ne bagandabo, nenyumba yona eya kitawo.
Bwekityo, omuntu yena aliva mu miryango egye- 19
nyumbayo ku lugudo, omusaigwe guliba ku mu-
twegwe, nafe tetuliza musango : era omuntu yena
alibera nawe mu nyumba, omusaigwe guliba ku
mutwe gwafe, bwalikwatibwa omukono gwona.
Naye bwolibulira ebigambo byafe bino, tetuliza 20
musango olwekirairokyo kyotulaiziza. Nayogera 21
nti Wabe ngebigambo byamwe bwebiri. Nabasi-
ndika, nebagenda : nasiba akagwa akamyufu mu
kituli. Nebagenda nebatuka ku lusozi, nebabera 22
eyo enaku satu, okutusa ababagoberera lwebamala
okukomawo : ababagoberera babanonya mu kubo
lyona, nebatabalaba. Awo abantu ababiri neba- 23
komawo, nebaserengeta ku lusozi, nebasomoka,
nebaja eri Yosuwa omwana wa Nuni ; nebamu-
bulira byona ebyababako. Nebamugamba Yosuwa 24

nti Mazima Mukama atuwade mu mikono gyafe ensi yona; era nate abali munsi bona basanukira dala mu maso gafe.

3

1 Yosuwa nakera enkya nagolokoka, nebava mu Sitimu, nebatuka ku Yolidani, ye nabana ba Isi-
2 raeri bona; nebasulawo nga tebanasomoka. Awo enaku satu bwezaita abami nebaita wakati mu
3 lusisira; nebalagira abantu, nga bogera nti Bwemunalaba esanduke eyendagano ya Mukama Katonda wamwe, ne bakabona Abalevi nga bagyetise, nemulyoka muva mu kifo kyamwe, nemugigobe-
4 rera. Naye wanabawo ebanga wakati wamwe nayo, ngemikono enkumi biri egigerebwa: temugisemberera, mulyoke mumanye ekubo eribagwanide okuitamu; kubanga okutuka kakano temu-
5 naita mu kubo lino. Yosuwa nabagamba abantu nti Mwetukuze: kubanga enkya Mukama ana-
6 kola ebyamagero mumwe. Yosuwa nabagamba bakabona, ngayogera nti Musitule esanduke eyendagano, musomoke mukulembere abantu. Nebasitula esanduke eyendagano, nebakulembera
7 abantu. Mukama namugamba Yosuwa nti Lero natanula okukugulumiza mu maso ga Baisiraeri bona, bamanye nti, nga bwenali ne Musa, bwe-
8 ntyo bwendibera nawe. Era onobalagira bakabona abasitula esanduke eyendagano, ngoyogera nti Bwemunatuka ku mabali gamazi aga Yolidani, munaimirira mu Yolidani.

9 Yosuwa nabagamba abana ba Isiraeri nti Muje wano, muwulire ebigambo bya Mukama Katonda
10 wamwe. Yosuwa nayogera nti Ku kino kwemunamanyira nga Katonda omulamu ali mumwe, era nga talirema kugoba mu maso gamwe Abakanani, Nabakiti, Nabakivi, Nabaperizi, Nabagiri-
11 gasi, Nabamoli, Nabayebusi. Laba, esanduke

eyendagano ya Mukama wensi zona, ebakulembera okusomoka Yolidani. Kale kakano mwerondere abasaja kumi nababiri mu bika bya Isiraeri, buli kika omu. Awo, ebigere bya bakabona abasitula esanduke ya Mukama, Mukama wensi zona bwebiribera mu ma'zi ga Yolidani, ama'zi ga Yolidani negalyoka gagwawo, ge ma'zi agava engulu; negaimirira entumo wamu. Awo, abantu bwebava mu wema zabwe, okusomoka Yolidani, bakabona abasitula esanduke eyendagano nga bakulembede abantu; era abasitula esanduke bwebatuka ku Yolidani, ebigere bya bakabona abasitula esanduke nebyenyika ku mabali gama'zi [kubanga Yolidani gwanjala ku tale lyagwo lyona mu biro byona ebyamakungula,] ama'zi agava engulu negalyoka gaimirira negekuma entumo wamu, wala nyo, ku Adamu, ekibuga ekiriranye Ezalesani: nago agaka ku nyanja eya Alaba, ye nyanja eyomunyo, negagwerawo dala: abantu nebasomokera awaliranye Eyeriko. Bakabona abasitula esanduke eyendagano ya Mukama nebaimirira nebanyuwera ku lukalu wakati mu Yolidani, Nabaisiraeri bona nebaita awakalu, okutusa egwanga lyona lweryaitira dala mu Yolidani.

12 13 14 15 16 17

4

Awo egwanga lyona bweryamala okuitira dala mu Yolidani, Mukama namugamba Yosuwa, ngayogera nti Mwerondere abasaja kumi nababiri mu bantu, mu buli kika omu, era mubalagire, nga mwogera nti Mulonde wano wakati mu Yolidani, mu kifo ebigere bya bakabona mwebyanyuwerede, amainja kumi nabiri, mugasomose, mugase mu kisulo, kyemunasulamu ekiro kino. Awo Yosuwa naita abasaja kumi nababiri, beyatekateka mu bana ba Isiraeri, mu buli kika omu: Yosuwa na-

1 2 3 4 5

bagamba nti Mukulembere esanduke ya Mukama Katonda wamwe wakati mu Yolidani, musitule buli muntu mumwe ejinja ku kibegabegakye, ngomuwendo ogwebika ebyabana ba Isiraeri bweguli: 6 ako kabe akabonero mumwe, abana bamwe bwebalibuza mu biro ebigenda okuja, nga bogera nti 7 Amainja gano amakulu gago ki? mulyoke mubagambe nti Kubanga ama'zi ga Yolidani gagwawo mu maso gesanduke eyendagano ya Mukama; bweyaita mu Yolidani, ama'zi negagwawo: era amainja gano galibera ekijukizo eri abana ba 8 Isiraeri emirembe egitagwawo. Abana ba Isiraeri nebakola nga Yosuwa bwabalagide, nebalonda amainja kumi nabiri wakati mu Yolidani, nga Mukama bweyamugamba Yosuwa, ngomuwendo ogwebika ebyabana ba Isiraeri bweguli; nebagasomosa nebagatusa mu kifo mwebasula, nebagasawo. 9 Yosuwa nasimba amainja kumi nabiri wakati mu Yolidani, mu kifo ebigere bya bakabona abasitula esanduke eyendagano mwebyaimirira: era wegali 10 ne kakano. Kubanga bakabona abasitula esanduke baimirira wakati mu Yolidani, nekitukirira buli kigambo Mukama kyeyamulagira Yosuwa okubulira abantu, nga byona bwebyali Musa byeyala- 11 gira Yosuwa: abantu nebanguwa nebaita. Awo, abantu bona bwebamala okuita, esanduke ya Mukama neryoka eita, ne bakabona mu maso 12 gabantu. Nabana ba Leubeni, nabana ba Gada, nekitundu ekyekika kya Manase, nebakulembera abana ba Isiraeri nebaita nga balina ebyokulwa- 13 nyisa, nga Musa bweyabagamba: abantu ngobukumi buna abetesetese okulwana nebaita mu maso ga Mukama eri olutalo, mu Jusenyi Olweyeriko. 14 Ku lunaku olwo Mukama namukuza Yosuwa mu maso ga Baisiraeri bona: nebamutya, nga bwebatyanga Musa, enaku zona ezobulamubwe. 15 Mukama namugamba Yosuwa ngayogera nti 16 Lagira bakabona abasitula esanduke eyobuju-

lizi okulinya okuva mu Yolidani. Awo Yo- 17
suwa nalagira bakabona ngayogera nti Mulinye muve mu Yolidani. Awo, bakabona aba- 18
situla esanduke eyendagano ya Mukama bwebamala okulinya okuva wakati mu Yolidani, nebigere bya bakabona nebirinyibwa ku lukalu, ama'zi ga Yolidani negalyoka gada mu kifo kyago, negayanjala ku tale lyagwo lyona, ngeda. Abantu nebalinya nebava mu Yolidani ku lunaku 19
olwekumi mu mwezi ogwoluberyeberye, nebasula mu Girigali, mu nsalo eyebuvanjuba Eyeyeriko. Namainja gali ekumi nabiri gebagya mu Yolidani, 20
Yosuwa nagasimba mu Girigali. Nabagamba aba- 21
na ba Isiraeri ngayogera nti Abana bamwe bwebalibuza bakitabwe mu biro ebigenda okuja, nga bogera nti Amakulu gamainja gano ki? ne- 22
mulyoka mutegeza abana bamwe, nga mwogera nti Baisiraeri baita mu Yolidani muno ku lukalu. Kubanga Mukama Katonda wamwe yakaliza ama- 23
'zi ga Yolidani mu maso gamwe, okutuka bwemwamala okuita, nga Mukama Katonda wamwe bweyakola Enyanja Emyufu, gyeyakaliza mu maso gafe, okutuka bwetwamala okuita: amawanga 24
gona agensi galyoke gamanye omukono gwa Mukama nga gwa manyi; batye Mukama Katonda wamwe emirembe egitagwawo.

5

Awo, bakabaka bona Ababamoli, abali emitala 1
wa Yolidani ku luwi olwebugwanjuba, ne bakabona Ababakanani, abali ku nyanja, bwebawulira Mukama bweyakaliza ama'zi ga Yolidani mu maso gabana ba Isiraeri, okutuka bwetwamala okusomoka, omutima gwabwe negusanuka, songa tewakyali (alina) omwoyo mubo, olwabana ba Isiraeri.
Mu biro ebyo Mukama namugamba Yosuwa 2

nti Wekolere obwambe obwamainja, okomole nate
3 abana ba Isiraeri omulundi ogwokubiri. Yosuwa
neyekolera obwambe obwamainja, nakomolera aba-
4 na ba Isiraeri ku lusozi olwebikuta. Era eno ye
nsonga eyabakomoza Yosuwa: abasaja bona aba-
va mu Misiri, abalwanyi bona, nebafira mu lukola
5 mu kubo, bwebamala okuva mu Misiri. Kuba-
nga abantu bona abavayo nebakomolwa: naye
abantu bona abazalirwa mu lukola mu kubo nga
6 bava mu Misiri nga tebanabakomola. Kubanga
abana ba Isiraeri batambulira emyaka amakumi
ana mu lukola, okutusa egwanga lyona, be balwanyi
abava mu Misiri, lweryagwawo, kubanga tebawu-
lira dobozi lya Mukama: Mukama beyalairira
obutabaganya kulaba nsi Mukama gyeyalairira
bajaja babwe okutuwa, ensi ekulukuta amata no-
7 mubisi gwenjuki. Nabana babwe beya'za mu
kifo kyabwe, abo Yosuwa beyakomola: kubanga
bali si bakomole, kubanga tebabakomolera mu kubo.
8 Awo, bwebamala okukomola egwanga lyona, neba-
bera mu bifo byabwe mu lusisira nebamala oku-
9 wona. Mukama namugamba Yosuwa nti Lero nji-
ringisi'za ekivume Ekyemisiri okukibagyako.
Erinya eryekifo kiri kyeryava liitibwa Girigali
ne kakano.
10 Abana ba Isiraeri nebasula mu Girigali; neba-
lya Okuitako ku lunaku olwekumi nenya olwo-
11 mwezi olwegulo mu lusenyi Olweyeriko. Okui-
tako ngewedeko ku lunaku olwenkya nebalya
emere enkalu eyomwaka ogwagwako, emigati egi-
tazimbulukuswa ne kasoli omusike, ku lunaku
12 olwo. Nemanu negwawo enkya, bwebamala oku-
lya emere eyensi eyomwaka ogwagwako; abana
ba Isiraeri nebataba na manu nate; naye nebalya
ku mere eyensi eya Kanani omwaka ogwo.
13 Awo, Yosuwa bweyali ngasembede Eyeriko, nai-
musa amasoge natunula, era, laba, nga waimiride
omuntu okumwolekera eyalina ekitala ekisowole

mu mukonogwe: Yosuwa namusemberera, namugamba nti Oli kulwafe, oba oli kulwa balabe bafe? Nayogera nti Neda; naye omukulu owegye lya 14
Mukama ntuse kakano. Yosuwa namufukamirira mu masoge wansi, nasinza, namugamba nti Mukama wange agamba atya omuduwe? Omu- 15
kulu owegye lya Mukama nagamba Yosuwa nti Yambula engatoyo mu kigerekyo; kubanga ekifo mwoimiride kitukuvu. Yosuwa nakola bwatyo.
[Era Yeriko kyali kigalidwawo dala olwabana ba 6
Isiraeri: tewali afuluma, newakubade aingira.]
Mukama namugamba Yosuwa nti Laba, nkukiwade mu mukonogwo Yeriko, ne kabaka wamu, 2
nabazira abamanyi. Era mulikyetolola ekibuga, 3
abalwanyi mwena, nga mukyetolola omulundi gumu. Bwonokolanga bwotyo enaku omukaga. Ne 4
bakabona omusanvu balisitula engombe omusanvu ezamayembe agendiga ensaja nga bazikulembeza esanduke: ne ku lunaku olwomusanvu mulikyetolola ekibuga emirundi musanvu, ne bakabona balifuwa engombe. Awo, bwebaligendereza (engo- 5
mbe) ezamayembe agendiga, era bwemuliwulira edobozi eryengombe, abantu bona nebalyoka bogerera wagulu nedobozi dene; bugwe owekibuga nalyoka agwira dala wansi, abantu nebalinya buli muntu mu masoge. Yosuwa, omwana wa Nuni, 6
naita bakabona, nabagamba nti Musitule esanduke eyendagano, era bakabona musanvu basitule engombe musanvu ezamayembe agendiga ensaja bazikulembeze esanduke ya Mukama. Nebabagamba aba- 7
ntu nti Muite, mwetolole ekibuga, nabalina ebyokulwanyisa bakulembere esanduke ya Mukama.
Awo, Yosuwa bweyamala okwogera nabantu, ba- 8
kabona omusanvu abasitula engombe omusanvu ezamayembe agendiga ensaja mu maso ga Mukama nebaita, nebafuwa engombe: esanduke eyendaga- 9
no ya Mukama ngebavako enyuma. Abalina byokulwanyisa nebakulembera bakabona abafu-

wa engombe, abenyuma nebagigoberera esanduke,
10 nga bafuwa engombe nga batambula. Yosuwa nalagira abantu, ngayogera nti Temwogerera wagulu, nedobozi lyamwe lireme okuwulirwa, nekigambo kyona kireme okuva mu kamwa kamwe, okutusa ku lunaku lwendibalagira okwogerera
11 wagulu; nemulyoka mwogerera wagulu. Bwatyo yagyetoloza ekibuga esanduke ya Mukama, nga bakyetolode omulundi gumu: nebaingira mu lusisira, nebasula mu lusisira.
12 Yosuwa nakera enkya nagolokoka, ne bakabona
13 nebasitula esanduke ya Mukama. Ne bakabona omusanvu abasitula engombe omusanvu ezamayembe agendiga ensaja nga bazikulembeza esanduke ya Mukama nebagenda obutalinda, nebafuwa engombe: nabalina ebyokulwanyisa nga babakulembede; nabenyuma nebagigoberera esanduke ya Mukama nga bafuwa engombe nga batambula.
14 Ne ku lunaku olwokubiri nebakyetolola ekibuga omulundi gumu, nebadayo mu lusisira: bwebakola
15 bwebatyo enaku mukaga. Awo ku lunaku olwomusanvu nebakera enkya mu matulutulu, nebakyetolola ekibuga emirundi musanvu bwebatyo: naye ku lunaku olwo bakyetolola ekibuga emiru-
16 ndi musanvu. Awo ku mulundi ogwomusanvu, bakabona bwebafuwa engombe, Yosuwa nabagamba abantu nti Mwogerere wagulu; kubanga Mu-
17 kama abawade ekibuga. Nekibuga kiriterekerwa Mukama, ekibuga ne byona ebirimu: Lakabu omwenzi yaliwona yeka, ye ne bona abali awamu naye mu nyumba, kubanga yakweka abatume be-
18 twatuma. Namwe mwewalire dala mu biterekedwa Mukama, muleme okutwala ku biterekedwa, nga mumaze okubitereka; bwemutyo mwandifude olusisira lwa Isiraeri olukolimidwa, era mwandirwera-
19 likiri'za. Naye efeza yona nezabu nebintu ebyebikomo nebyebyuma bye bitukuvu eri Mukama;
20 birija mu gwanika lya Mukama. Awo abantu ne-

bogerera wagulu, nebafuwa engombe : awo, abantu
bwebawulira edobozi eryengombe, abantu nebalyo-
ka bogerera wagulu nedobozi dene, bugwe nagwira
dala wansi, abantu nebalinya mu kibuga, buli mu-
ntu mu masoge, nebamenya ekibuga. Nebazikiri- 21
riza dala ebyali mu kibuga byona, abasaja nabaka-
zi, abato nabakulu, nente, nendiga, nendogoi, neba-
bita nekitala. Yosuwa nagamba abasaja babiri 22
abaketa ensi nti Mugende mu nyumba eyomwenzi,
mumufulumye omukazi, nebyalina byona, nga bwe-
mwamulairira. Abavubuka abakesi nebaingira, 23
nebamufulumya Labaku, ne kitawe, ne nyina, ne
bagandabe, ne byona byalina, era nekikakye kyo-
na nebabafulumya ; nebabateka ebweru ku lusisira
lwa Isiraeri. Ekibuga nebakyokya omuliro, nebya- 24
limu byona : naye efeza nezabu nebintu ebyebi-
komo nebyebyuma byoka babisa mu gwanika
eryenyumba ya Mukama. Naye Lakabu omwenzi, 25
nabenyumba ya kitawe ne byona byeyalina, Yosu-
wa nabawonya ; nabera wakati mu Isiraeri, ne ka-
kano ; kubanga yakweka abatume, Yosuwa beya-
tuma okuketa Yeriko. Yosuwa nabalaiza ekirairo 26
mu biro ebyo, ngayogera nti Akolimirwe mu
maso ga Mukama oyo aliimirira nazimba ekibuga
kino Yeriko : mu kufirwa omwanawe omuberye-
berye mwalisizawo emisingi gyakyo, era mu kufi-
rwa omwanawe omuto alisimba enzigi zakyo.
Bwatyo Mukama yali ne Yosuwa ; nebigambobye 27
nebyatikirira munsi yona.

7

Naye abana ba Isiraeri nebonona mu biterekedwa : 1
kubanga Akani, omwana wa Kalami, omwa-
na wa Zabudi, omwana wa Zera, owekika kya
Yuda, natwala ku biterekedwa : obusungu bwa
Mukama nebwaka ku bana ba Isiraeri.

2 Yosuwa natuma abantu okuva mu Yeriko okugenda Ai, ekiriranye Besaveni, ku luwi olwebuvanjuba olwa Beseri, nabagamba nti Mulinye mukete
3 ensi. Abantu nebalinya nebaketa Ai. Nebakomawo eri Yosuwa, nebamugamba nti Abantu bona tebagendayo; naye abantu ngenkumi biri oba satu balinye bakube Ai; toteganya abantu
4 bona okugendayo; kubanga abayo batono. Awo nebalinyayo ku bantu abasaja ngenkumi satu;
5 nebaduka mu maso Gabai. Nabai nebakuba mubo abantu ngamakumi asatu mu mukaga: nebabagoba (okubagya) ku wankaki okubatusa ku Sebalimu, nebabakubira awaserengeterwa: emitima gyabantu negisanuka, negiba ngama'zi.
6 Yosuwa nayuza engoyeze, nagwa neyevunika wansi awali esanduke ya Mukama, natusa olwegulo, ye
7 nabakade ba Isiraeri; nebesiga enfufu ku mitwe gyabwe. Yosuwa nayogera nti Wowe, ai Mukama
Katonda, okusomosa kiki ekyakasomosa abantu bano Yolidani, okutuwayo mu mikono Egyabamoli, okutuzikiriza? singa twakiriza okutula emitala wa
8 Yolidani! Ai Mukama, nayogera ntya, Abaisiraeri bwebamaze okubakuba amabega abalabe babwe!
9 Kubanga Abakanani nabali munsi bona baliwulira, balituzingiza, baligya erinya lyafe kunsi: na-
10 we olirikola otya erinyalyo ekulu? Mukama namugambaYosuwa nti Golokoka; kiki ekikugwisi-
11 'za bwotyo okwevunika? Abaisiraeri bononye; era bamenye endagano yange gyenabalagira; era nokutwala batute ku biterekedwa; era babye, era bakusi'za, era babiingizi'za mu bintu byabwe.
12 Ekyo kye kibalobera abana ba Isiraeri okuimirira mu maso gabalabe babwe, nebabakuba amabega abalabe babwe, kubanga bafuse abakolimidwa; siribera namwe nate, wabula bwemuzikiriza ekite-
13 rekedwa (okukigya) mumwe. Mukale, mutukuze abantu, mwogere nti Mwetukulize olunaku olwenkya: kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri,

bwayogera bwati nti Waliwo ekiterekedwa wakati
mugwe, Isiraeri: toinza kuimirira mu maso gaba-
labebo, nga temunakigyawo ekiterekedwa mumwe.
Kale enkya munasemberezebwa mu bika byamwe: 14
awo, ekika Mukama kyanalondamu kinasembera
mu nganda (zakyo); noluganda Mukama lwanalo-
ndamu lunasembera mu nyumba (zalwo); nenyu-
mba Mukama gyanalondamu enesembera buli
muntu buli muntu. Awo olunatuka analondebwa 15
ngalina ekiterekedwa anayokebwa omuliro, ye
nebyalina byona: kubanga amenye endagano ya
Mukama, era kubanga akoze obusirusiru mu
Isiraeri.

Awo Yosuwa nakera enkya nagolokoka, nase- 16
mbeza Isiraeri mu bika (byabwe); nekika kya Yuda
nekirondebwa: nasembeza oluganda lwa Yuda; 17
nalonda oluganda Olwabazera: nasembeza olugа-
nda Olwabazera buli muntu buli muntu; Zabudi
nalondebwa: nasembeza enyumbaye buli muntu 18
buli muntu; Akani, omwana wa Kalami, omwana
wa Zabudi, omwama wa Zera, owekika kya Yuda,
nalondebwa. Yosuwa namugamba Akani nti 19
Mwana wange, nkwegairide, omuwe ekitibwa
Mukama, Katonda wa Isiraeri, omwatulire; era
ongambe kakano kyokoze; tokinkisa. Akani 20
namudamu Yosuwa nayogera nti Mazima nyo-
nonye eri Mukama, Katonda wa Isiraeri, nenkola
bwenti ni bwenti; bwenalaba mu munyago ekya- 21
mbalo ekirungi ekya Sinala, nesekeri ezefeza ebi-
kumi bibiri, nolulimi olwezabu ekigero kyalwo
esekeri amakumi atano, nendyoka mbiyayanira,
nembitwala; era, laba, bikwekedwa mu taka wa-
kati mu wema yange, nefeza wansi wakyo. Awo 22
Yosuwa natuma ababaka, nebagenda mbiro mu
wemaye; era, laba, kikwekedwa mu wemaye,
nefeza wansi wakyo. Nabo nebabigya wakati mu 23
wema, nebabiretera Yosuwa nabana ba Isiraeri
bona; nebabisa wansi mu maso ga Mukama. Ne 24

Yosuwa, Nabaisiraeri bona awamu naye, nebamutwala Akani, omwana wa Zera, nefeza, nekyambalo, nolulimi olwezabu, nabanabe abobulenzi nabobuwala, nenteze, nendogoize, nendigaze, newemaye, ne byona byeyalina: nebabalinyisa
25 mu kiwonvu kya Akola. Yosuwa nayogera nti Kiki ekyakutweralikirizisa? Mukama anakweralikiriza gwe lero. Abaisiraeri bona nebamukuba amainja; nebabokya omuliro, nebabakuba ama-
26 inja. Nebamutumako entumo enene eyamainja, ne kakano; Mukama nakyuka okuleka obusungubwe obukambwe. Erinya eryekiwonvu kiri kyeryava liitibwa ekiwonvu kya Akola, ne lero.

8

1 Mukama namugamba Yosuwa nti Totyanga, so tokankananga: twala abantu bona abalwanyi nawe, ogolokoke olinye eri Ai: laba, nkuwade mu mukonogwo kabaka wa Ai, nabantube, neki-
2 bugakye, nensiye; era olikola Ai ne kabaka wamu nga bwewakola Yeriko ne kabaka wamu: naye omunyago gwakyo nente zakyo mulibyetwalira okuba ebinyage byamwe: mutegere ekibuga
3 enyuma wakyo. Awo Yosuwa nagolokoka, nabantu bona abalwanyi, okulinya eri Ai; Yosuwa nalonda abantu obukumi busatu, abazira abama-
4 nyi, nabasindika ekiro. Nabalagira ngayogera nti Laba, munategera ekibuga enyuma wekibuga: temukiba wala nyo ekibuga, naye mwena mweteke-
5 teke: nange nabantu bona abali nange tunasemberera ekibuga: awo, bwebanaja okutulumba, ngoluberyeberye, netulyoka tuduka mu maso gabwe;
6 nabo banaja okutugoberera, okutusa lwetunabasendasenda okuva mu kibuga ewala; kubanga banayogera nti Baduse mu maso gafe, ngoluberyeberye; kyetunava tuduka mu maso gabwe:

namwe munagolokoka wemutegede, nemukwata 7
ekibuga: kubanga Mukama Katonda wamwe
anakiwayo mu mukono gwamwe. Awo, bwemu- 8
namala okukwata ekibuga, nemukyokya omuliro
ekibuga; okugoberera ekigambo kya Mukama
bwemunakola: laba, nze mbalagide. Yosuwa 9
nabasindika: nebagenda webanategera, nebabera
wakati wa Beseri ne Ai, ku luwi olwebugwanjuba
olwa Ai: naye Yosuwa nasula ekiro ekyo mu
bantu.

Yosuwa nakera enkya nagolokoka, nakunganya 10
abantu, nalinya, ye nabakade ba Isiraeri, mu maso
gabantu (nebagenda) Eai. Abantu bona, abalwa- 11
nyi abali naye, nebalinya nebasembera nebatuka
ekibuga wekiraba, nebasimba olusisira ku luwi
olwobukika obwa kono olwa Ai: era waliwo eki-
wonvu wakatiwe ne Ai. Natwala abantu nge- 12
nkumi tano, nabatekateka okutega wakati wa
Beseri ne Ai, ku luwi olwebugwanjuba olweki-
buga. Bwebatyo bwebatekateka abantu, egye 13
lyona eryali ku bukika obwa kono obwekibuga,
era nabatezi babwe abali ebugwanjuba obweki-
buga; Yosuwa nagenda ekiro ekyo wakati mu
kiwonvu. Awo olwatuka kabaka wa Ai bweya- 14
kiraba, nebanguwa nebagolokoka enkya, nabantu
abomukibuga nebaja ku Baisiraeri okulwana, ye
nabantube bona, ku kisera ekiragidwa, mu maso
ga Alaba; naye teyamanya nga waliwo abamuteze
enyuma wekibuga. Yosuwa Nabaisiraeri bona 15
nebefula ngabagobedwa mu maso gabwe, neba-
dukira mu kubo eryolukola. Nabantu bona abali 16
mu kibuga nebakunganyizibwa okubagoberera:
nebagoberera Yosuwa, nebasendebwasendebwa
okuva mu kibuga ewala. Nemutasigala muntu 17
mu Ai newakubade mu Beseri, ataze kugoba
Isiraeri: nebaleka ekibuga nga kigulidwa, neba-
goba Isiraeri. Mukama namugamba Yosuwa nti 18

Galula omuwunda oguli mu mukonogwo eri Ai; kubanga nakikuwa mu mukonogwo. Yosuwa nagalula omuwunda ogwali mu mukonogwe eri
19 ekibuga. Nabatezi nebagolokoka mangu mu kifo kyabwe, nebadukana mbiro bweyamala okugolola omukono, nebaingira mu kibuga, nebakimenya;
20 nebanguwa nebakyokya ekibuga omuliro. Abeai bwebalaba enyuma wabwe, nebatununla, era, laba, omuka ogwekibuga nga gunyokera mu gulu, nebataba na manyi ga kuduka (okugenda) eri newakubade (okuda) eno: nabantu abali badukide
21 mu lukola nebabakyukirako ababagoba. Yosuwa Nabaisiraeri bona bwebalaba ngabatezi bamenye ekibuga, nomuka ogwekibuga nga gunyoka, awo
22 nebakyuka nate, nebabata Abai. Nabalala (banabwe) nebava mu kibuga obubalumba; nebabera wakati mu Baisiraeri, abalala eruwi nabalala eruwi: nebabakuba, obutaganya muntu
23 kusigalawo newakubade okuduka. Ne kabaka wa Ai nebamukwata nga mulamu, nebamuleta
24 eri Yosuwa. Awo, Abaisiraeri bwebamala okutira dala abali mu Ai bona mu lusenyi, mu lukola lwebabagobereramu, bona nebagwa nobwogi bwekitala nebagwawo, Abaisiraeri bona nebalyoka bako-
25 mawo Eai, nebakikuba nobwogi bwekitala. Awo bona abatibwa ku lunaku olwo, abasaja nabakazi, bali kakumi mwenkumi biri, be bantu bona abali
26 mu Ai. Kubanga Yosuwa nataza mukonogwe, gweyagaluza omuwunda, okutusa lweyamala oku-
27 bazikiririza dala abali mu Ai bona. Wabula ente nomunyago ogwekibuga ekyo Abaisiraeri nebabyetwalira okuba ebinyage byabwe, ngekigambo
28 kya Mukama kyeyamulagira Yosuwa. Yosuwa nakyokya Ai bwatyo, nakifula entumo emirembe
29 gyona, era ekyazika, ne kakano. Ne kabaka wa Ai namuwanika ku muti okutusa olwegulo: enjuba bweyagwa Yosuwa nalagira, nebagya omu-

lambogwe ku muti, nebagusula ku muzigo ku wankaki owekibuga, nebagutumako entumo enene eyamainja, ne kakano.

Awo Yosuwa nalyoka azimbira Mukama ekyoto, 30
Katonda wa Isiraeri, ku lusozi Ebali, nga Musa 31
omuwereza wa Mukama bweyabalagira abana ba
Isiraeri, nga bwekyawandikibwa mu kitabo ekya-
mateka ga Musa, ekyoto ekyamainja amalamba,
omuntu gatasako kyuma kyona: nebakiwerako
ebiwebwayo ebyokebwa eri Mukama, nebamule-
tera ebiwebwayo olwemirembe. Nawandika awo 32
ku mainja amateka ga Musa, geyawandika, mu
maso gabana ba Isiraeri. Nabaisiraeri bona, naba- 33
kade babwe, nabami, nabalamuzi babwe, nebaimi-
rira eruwi neruwi ezesanduke mu maso ga baka-
bona Abalevi, abasitula esanduke eyendagano ya
Mukama, si nzalwa boka, naye ne banagwanga:
ekitundu kyabwe (kimu) olusozi Gerizimu gyerusi-
mba, nekitundu kyabwe (ekirala) olusozi Ebali gye-
rusimba; nga Musa omuwereza wa Mukama bwe-
yalagira, basoke okubasabira omukisa abantu ba
Isiraeri. Oluvanyuma nasoma ebigambo byona 34
ebyamateka, omukisa nokukolimira, nga byona
bwebiri ebyawandikibwa mu kitabo ekyamateka.
Tewali kigambo mu byona Musa byeyalagira, 35
Yosuwa kyatasoma mu maso agekunganiro lyona
erya Isiraeri, nabakazi, nabana abato, ne bana-
gwanga abatambulanga mubo.

9

Awo, bakabaka bona abali emitala wa Yolidani, 1
munsi eyensozi, ne mu nsenyi, ne ku tale lyona
eryenyanja enene Lebanoni gyerusimba, Abakiti,
Nabamoli, Nabakanani, Nabaperizi, Nabakivi, Na-
bayebusi, bwebakiwulira; nebalyoka bakungana 2
wamu, okulwanyisa Yosuwa Nabaisiraeri, nomwo-
yo gumu.

3 Naye abali mu Gibeoni bwebawulira Yosuwa
4 byeyakola ku Yeriko ne Ai, nabo nebasala amagezi,
nebagenda nebefula ngababaka, nebatwala ensawo
enkade ku ndogoi zabwe, namaliba agomwenge
5 amakade agayulika agatungirirwa ; nengato enka-
de ezibotose mu bigere byabwe, era nga bambade
ebyambalo ebikade ; nemere yona eyentanda yabwe
6 ngekaliride ngekute obukuku. Nebaja eri Yosuwa
mu lusisira mu Girigali, nebamugamba ye nabantu
ba Isiraeri nti Tuvude munsi wala : kale kakano
7 mulagane nafe. Nabantu ba Isiraeri nebabagamba
Abakivi nti Wozi ewamwe muli wakati wansi
8 yafe ; nafe tunalagana tutya namwe ? Nebagamba
Yosuwa nti Tuli badubo. Yosuwa nabagamba
9 nti Muli bani ? era muva wa ? Nebamugamba
nti Abadubo bavude munsi wala nyo okuja (wano)
olwerinya lya Mukama Katondawo : kubanga
twawulira okwatikirirakwe, ne byona byeyakola
10 mu Misiri, ne byona byeyakola bakabaka ababiri
Ababamoli, abali emitala wa Yolidani, Sikoni ka-
baka wa Keseboni, ne Oga kabaka wa Basani, eyali
11 mu Asitalosi. Nabakade bafe ne bona abali mu-
nsi yafe nebatugamba nti Mulutwalire olugendo
olwo entanda mu mikono gyamwe, mugende
mubasisinkane, mubagambe nti Tuli badu ba-
12 mwe : kale kakano mulagane nafe. Emere yafe
eno twagisibirira entanda yafe mu nyumba zafe
ngekyabuguma ku lunaku lwetwavayo okuja
gyemuli ; naye kakano, laba, ekaliride, era ekute
13 nobukuku : namaliba gano agomwenge, getwajuza,
gali magya ; era, laba, gayuliseyulise : nebyambalo
byafe bino nengato zafe bikadiye olwolugendo olu-
14 nene enyo. Abantu nebatwala ku ntanda zabwe,
nebatabuza bigambo eri akamwa ka Mukama.
15 Yosuwa nalagana nabo emirembe, nalagana nabo
16 obutabata : nabakulu bekibina nebabalairira. A-
wo mu naku esatu, nga bamaze okulagana nabo,
nebawulira nga baliranwa babwe, era nga bali wa-

kati wabwe. Abana ba Isiraeri nebatambula ne- 17
batuka mu bibuga byabwe ku lunaku olwokusatu.
Ebibuga byabwe byali Gibeoni, ne Kefira, ne Bee-
rosi, ne Kiriasiyealimu. Nabana ba Isiraeri neba- 18
tabakuba, kubanga abakulu bekibina babalairira
Mukama Katonda wa Isiraeri. Nekibina kyona ne-
kyemulugunyiza abakulu. Naye abakulu bona ne- 19
bagamba ekibina kyona nti Twabalairira Mukama
Katonda wa Isiraeri: kale kakano tetuinze kuba-
kwatako. Bwetunabakola bwetutyo, okubaleka nga 20
balamu; obusungu buleme okutubako, olwekirairo
kyetwabalairira. Abakulu nebabagamba nti Mu- 21
baleke nga balamu: nebabera abāsi benku era aba-
senyi bama'zi eri ekibina kyona; ngabakulu
bwebabagamba. Yosuwa nabaita nabagamba 22
nti Kiki ekyabatulimbya, nga mwogera nti Tuli
wala namwe: nga muli mufe? Kale kakano 23
mukolimidwa, so tewalibula kubera mumwe aba-
du enaku zona, abāsi benku era abasenyi bama-
'zi eri enyumba ya Katonda wange. Nebamu- 24
damu Yosuwa nebogera nti Kubanga abadubo
bategezebwa dala nga Mukama Katondawo yamu-
lagira Musa omuwerezawe okubawa ensi yona, no-
kuzikiriza bona abali munsi mu maso gamwe;
kyetwava tutya enyo olwobulamu bwafe kulwa-
mwe, netukola bwetutyo. Ne kakano, laba, tuli 25
mu mukonogwo: bwolowoza nga kirungi era ki-
tukirivu okutukola, kola bwotyo. Era bwatyo 26
bweyabakola, nabawonya mu mukono gwabana
ba Isiraeri obutabata. Ku lunaku luli Yosuwa 27
nabafula abāsi benku era abasenyi bama'zi eri
ekibina neri ekyoto kya Mukama, ne kakano, mu
kifo kyanalagiranga.

10

1 Awo, Adonizedeka kabaka Weyerusalemi bweyawulira Yosuwa bweyamenya Ai nakizikiririza
dala; nti, bweyakola Yeriko ne kabaka wamu, bwatyo bweyakola Ai ne kabaka wamu; era nga
abali mu Gibeoni balagana emirembe Nabaisime-
2 ri, era nga bali mubo; nebalyoka batya nyo, ku-
banga Gibeoni kyali kibuga kinene, ngebibuga bya bakabaka bwebyali, era kubanga kyali kisinga Ai
3 obunene, nabantu bayo bona bazira. Adonizedeka, kabaka Weyerusalemi, kyeyava atuma eri Koka-
mu, kabaka Wekeberoni, neri Piramu, kabaka Weyalamusi, neri Yafiya, kabaka Werakisi, neri
4 Debira, kabaka Wegeroni, ngayogera nti Mulinye gyendi mumbere, tukube Gibeoni: kubanga bāla-
5 gana emirembe ne Yosuwa nabana ba Isiraeri. Awo bakabaka abatano Ababamoli, kabaka Weye-
rusalemi, kabaka Wekeberoni, kabaka Weyala-
musi, kabaka Werakisi, kabaka Wegeroni, neba-
kunganira wamu, nebalinya, bo negye lyabwe lyona, nebasimba olusisira ku Gibeoni, nebakirwa-
6 nyisa. Nabegibeoni nebamutumira Yosuwa ku lu-
sisira ku Girigali nga bogera nti Todiriza mukono-
gwo ku badubo; olinye gyetuli mangu, otuwonye, otubere: kubanga bakabaka bona Ababamoli
7 abatula munsi eyensozi bakunganye kufe. Awo Yosuwa nava mu Girigali nalinya, ye nabalwanyi bona awamu naye, nabazira bona abamanyi.
8 Mukama namugamba Yosuwa nti Tobatya: ku-
banga mbakuwade mu mikonogyo: tewabe mu-
9 ntu mubo anaimirira mu masogo. Awo Yosuwa nabajira mangu nga tebamanyi; (kubanga) yava
10 Girigali nalinya ekiro nakesa obude. Mukama nabaswaza mu maso ga Isiraeri, nabatira dala bangi mu Gibeoni, nabagoba mu kubo eririnya Ebesikoloni, nabakuba okubatusa ku Azeka ne ku

Makeda. Awo, bwebaduka mu maso ga Isiraeri, 11
nebaserengeta Ebesikoloni, Mukama nasula amainja amanene mu gulu nabakuba mu Azeka, nebafa: abafa amainja agomuzira nebasinga bali abana ba Isiraeri bebata nekitala.

Awo Yosuwa namugamba Mukama ku lunaku 12
Mukama lweyawayo Abamoli mu maso gabana ba Isiraeri; nayogera mu maso ga Isiraeri nti

Enjuba, imirira gwe ku Gibeoni;
Nawe, omwezi, mu kiwonvu Ayaloni.
Enjuba neimirira, omwezi negulinda, 13
Okutusa egwanga bweryamala okuwalana egwanga ku balabe babwe.

Ekyo tekyawandikibwa mu kitabo kya Yasala? Enjuba nerinda wakati mu gulu, neteyanguwa kugwa ngolunaku olulamba. So tewali lunaku 14
olwenkana olwo oba olwalusoka oba oluvanyuma lwalwo Mukama okuwulira edobozi lyomuntu: kubanga Mukama yalwanirira Isiraeri.

Yosuwa nakomawo, Nabaisiraeri bona awamu 15
naye, mu lusisira mu Girigali.

Ne bakabaka abo abatano nebaduka, nebekweka 16
mu mpuku mu Makeda. Nebamubulira Yosuwa 17
nti Bakabaka abatano tubalabye, nga bekwese mu mpuku mu Makeda. Yosuwa nayogera nti Mu- 18
iringise amainja amanene mu mulyango gwempuku, mugitekeko abantu babakume; naye 19
mwe temulinda; mugoberere abalabe bamwe, mubakube abenyuma mubo; temubaganya kuingira mu bibuga byabwe; kubanga Mukama Katonda wamwe ababawade mu mukono gwamwe.

Awo Yosuwa nabana ba Isiraeri bwebamalira dala 20
okubata abantu abangi enyo, nebagwerawo dala, nabasigalawo mubo nebaingira mu bibuga ebiriko ebigo, abantu bona nebalyoka bakomawo mu lusi- 21
sira eri Yosuwa mu Makeda nemirembe: tewali muntu eyagezako okwogera okuvuma nomu ku

22 bana ba Isiraeri. Yosuwa nalyoka ayogera nti
Mugulewo omulyango gwempuku, mulagyemu
23 bakabaka bali abatano mu mpuku. Nebakola
bwebatyo, nebagyamu bakabaka bali abatano mu
mpuku nebabamuletera, kabaka Weyerusalemi,
kabaka Wekeberoni, kabaka Weyalamusi, kabaka
24 Werakisi, kabaka Wegeroni. Awo, bwebabagya-
mu bakabaka bali nebabaletera Yosuwa, Yosuwa
nabaita abasaja bona aba Isiraeri, nabagamba aba-
mi ababalwanyi abagenda naye nti Muje, muse
ebigere byamwe mu bulago bwa bakabaka bano.
Nebaja, nebasa ebigere byabwe mu bulago bwa-
25 bwe. Yosuwa nabagamba nti Temutya, so temu-
kankana: mudemu amanyi, mugume emyoyo:
kubanga Mukama bwalibakola bwatyo abalabe ba-
26 mwe bona bemulirwana nabo. Oluvanyuma Yo-
suwa nabafumita, nabata, nabawanika ku miti e-
tano: nebawanikibwa ku miti okutusa olwegulo.
27 Awo enjuba bweyali egwa, Yosuwa nalagira, ne-
babagya ku miti, nebabasula mu mpuku mwebali
bekwese, nebateka amainja amanene mu mulya-
ngo gwempuku, ne kakano lero.
28 Yosuwa namenya Makeda ku lunaku olwo, na-
kikuba nobwogi bwekitala, ne kabaka wamu;
nabazikiririza dala bo nemyoyo gyona egyalimu,
natasigazako nomu: namukola kabaka Wemakeda
nga bweyakola kabaka Weyeriko.
29 Yosuwa nava mu Makeda, Nabaisiraeri bona
awamu naye, nagenda Eribina, nebalwana Nabe-
30 ribina: Mukama nakyo nakiwayo, ne kabaka
wamu, mu mukono gwa Isiraeri; nakikuba
nobwogi bwekitala, nemyoyo gyona egyalimu;
natasigazamu nomu; namukola kabaka wamu
nga bweyakola kabaka Weyeriko.
31 Yosuwa nava mu Libina, Nabaisiraeri bona
awamu naye, nagenda Erakisi, nakisimbako olu-
32 sisira, nakirwanyisa. Mukama nakiwayo Lakisi
mu mukono gwa Isiraeri, nakimenya ku lunaku

olwokubiri, nakita nobwogi bwekitala, nemyoyo gyona egyalimu, nga byona byeyakola Libina.

Kolamu kabaka Wegezera nalyoka alinya oku- 33
bera Lakisi ; Yosuwa namukuba ye nabantube, natasigazako nomu.

Yosuwa nava mu Lakisi, Nabaisiraeri bona awa- 34
mu naye, nagenda Egeroni ; nebakisimbako olusisira, nebakirwanyisa ; nebakimenya ku lunaku 35
olwo, nebakita nobwogi bwekitala, nemyoyo gyona egyalimu nagizikiririza dala ku lunaku olwo, nga byona byeyakola Lakisi.

Yosuwa nava mu Egeroni, Nabaisiraeri bona 36
awamu naye, nagenda Ekeberoni ; nebakirwanyisa : nebakimenya nebakita nobwogi bwekitala, ne 37
kabaka wamu, nebibuga byakyo byona, nemyoyo gyona egyalimu ; natasigazako nomu, nga byona byeyakola Egeroni ; naye nakizikiririza dala, nemyoyo gyona egyalimu.

Yosuwa nakomawo, Nabaisiraeri bona awamu 38
naye, nagenda Edebira ; nakirwanyisa : nakime- 39
nya ne kabaka wamu, nebibuga byakyo byona ; nebabita nobwogi bwekitala, nebazikiririza dala emyoyo gyona egyalimu ; natasigazako nomu : nga bweyakola Keberoni, bweyakola bwatyo Debira, ne kabaka wamu ; era nga bweyakola Libina, ne kabaka wamu.

Bwatyo Yosuwa bweyakuba ensi yona, ensi eye- 40
nsozi, noluwi olwobukika obwadyo, nensenyi, nebiwonvu, ne bakabaka bamu bona ; natasigazako nomu : naye nazikiririza dala bona abasa omuka, nga Mukama Katonda wa Isiraeri bweyalagira. Yosuwa nabakuba okuva ku Kadesibanea 41
okutuka ku Gaza, nensi yona ya Goseni, okutuka ku Gibeoni. Ne bakabaka abo bona nensi yabwe 42
Yosuwa nabamenya mulundi gumu, kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri, yalwanirira Isiraeri.
Yosuwa nakomawo, Nabaisiraeri bona awamu na- 43
ye, mu lusisira mu Girigali.

11

1 Awo, Yabini kabaka Wekazola bweyakiwulira,
namutumira Yobabu kabaka Wemadoni, ne kaba-
2 ka Wesimironi, ne kabaka Weyakasafu, ne baka-
baka abali ku luwi olwobukika obwa kono, munsi
eyensozi, ne mu Alaba ku luwi olwobukika obwa-
dyo Olwekinerosi, ne mu nsenyi, ne mu nsozi Eze-
3 dola ku luwi olwebugwanjuba, eri Omukanani ku
buvanjuba ne ku bugwanjuba, neri Omwamoli,
neri Omukiti, neri Omuperizi, neri Omuyebusi mu-
nsi eyensozi, neri Omukivi Keremoni gyerusimba
4 munsi Eyemizipa. Nebaja, bo negye lyabwe
lyona awamu nabo, abantu bangi, era ngomuse-
nyu oguli ku tale lyenyanja bweguli omungi,
5 nembalasi namagali bingi nyo. Awo bakabaka abo
bona nebakungana ; nebaja nebasimba olusisira
awamu ku ma'zi Agemeromu, okulwana ne Isirae-
6 ri. Mukama namugamba Yosuwa nti Totya olwabo:
kubanga jo nga kakano ndibawayo bona nga bati-
dwa mu maso ga Isiraeri : embalasi zabwe olizitema
7 entega, namagali gabwe oligokya omuliro. Awo
Yosuwa naja, nabalwanyi bona awamu naye, neba-
balumba ku ma'zi Agemeromu nga tebamanyi,
8 nebabagwako. Mukama nabawayo mu mukono
gwa Isiraeri, nebabakuba, nebabagoba okutuka ku
Sidoni ekinene, ne ku Misirefosimaimu, ne ku ki-
wonvu Mizipe ku buvanjuba ; nebabakuba, obuta-
9 sigazako nomu. Yosuwa nabakola nga Mukama
bweyamulagide : nazitema entega embalasi zabwe,
nagokya omuliro amagali gabwe.
10 Yosuwa nada enyuma mu biro ebyo, namenya
Kazola, ne kabaka wamu namuta nekitala : kuba-
nga Kazola eda liri kye kyali ekibuga ekikulu
11 ekyobwakabaka obwo bwona. Nemyoyo gyona
egyalimu nebagita nobwogi bwekitala, nebagizi-
kiririza dala : ewasigalawo asa omuka : ne Kazola
12 nakyokya omuliro. Nebibuga byona ebya baka-

baka bali, ne bakabaka bamu bona, Yosuwa nabamenya nabata nobwogi bwekitala, nabazikiririza dala; nga Musa, omuwereza wa Mukama, bweyalagira. Naye ebibuga ebyaimirira ku ntumo zabyo, Abaisiraeri nebatayokyako nekimu, wabula Kazola kyoka; ekyo Yosuwa nakyokya. Nomunyago gwona ogwebibuga ebyo, nente, abana ba Isiraeri nebabyetwalira okuba ebinyage byabwe; naye buli muntu nebamuta nobwogi bwekitala, nebabazikiriza, nebatasigazako muntu asa omuka. Nga Mukama bweyamulagira Musa omuwerezawe, Musa bweyalagira bwatyo Yosuwa: ne Yosuwa bweyakola bwatyo; teyaleka kintu obutakikola mu byona Mukama byeyamulagira Musa.

Bwatyo Yosuwa bweyatwala ensi eyo yona, ensi eyensozi, neyobukika obwadyo yona, nensi yona eya Goseni, (nensi) eyensenyi, ne Alaba, nensi eyensozi eya Isiraeri, nensi evensenyi yoyo; okuva ku lusozi Kalaka, olulinya Eseira, okutuka ku Baaligada mu kiwonvu kya Lebanoni ekiri wansi wolusozi Keremoni: ne bakabaka bayo bona nabawamba nabafumita naba'ta. Yosuwa nalwawo nga lwana ne bakabaka abo bona. Tewali kibuga ekyalagana emirembe nabana ba Isiraeri, wabula Abakivi abali mu Gibeoni: babimenya byona mu kulwana. Kubanga kyava eri Mukama okukakanyaza emitima gyabwe, okuja okulwana ne Isiraeri, alyoke abazikiririze dala, baleme okulaba ekisa, naye abazikirize, nga Mukama bweyamulagira Musa.

Yosuwa naja mu biro ebyo, nabamalamu Abanaka munsi eyensozi, mu Keberoni, mu Debira, mu Anaba, ne munsi yona eyensozi eya Yuda, ne munsi yona eyensozi eya Isiraeri: Yosuwa nabazikiririza dala, wamu nebibuga byabwe. Tewali Banaka abasigalawo munsi eyabana ba Isiraeri: wabula mu Gaza, mu Gasi, ne mu Asidoda, mwe mwasigala abamu. Yosuwa bwatyo bweya-

lya ensi yona, nga byona Mukama byeyamugamba Musa: Yosuwa nagiwa Isiraeri okuba obusika nga bwebayawulibwa mu bika byabwe. Ensi newumula okulwana.

12

1 Bano be bakabaka abensi, abana ba Isiraeri bebakuba, nebalya ensi yabwe emitala wa Yolidani ku luwi olwebuvanjuba, okuva ku kiwonvu Ekyalinoni okutuka ku lusozi Keremoni, ne Alaba yona
2 ku luwi olwebuvanjuba: Sikoni kabaka Wabamoli, eyabera mu Keseboni, era eyafuga okuva ku Aloera, ekiri ku mabali gekiwonvu Ekyalinoni, (nekibuga ekiri) wakati mu kiwonvu, nekitundu kya Gireada, okutuka ku muga Yaboka, ye nsalo
3 eyabana ba Amoni; ne Alaba okutuka ku nyanja Kinerosi, ku luwi olwebuvanjuba, ne ku nyanja ya Alaba, ye nyanja eyomunyo, ku luwi olwebuvanjuba, mu kubo Eryebesiyesimosi; ne ku luwi
4 olwobukika obwadyo, wansi Pisiga awakirwa: nensalo ya Oga kabaka Webasani, owomu Balefa aba-
5 sigalawo, eyabera mu Asitalosi ne mu Ederei, era eyafugira ku lusozi Keremoni, ne mu Saleka, ne mu Basani yona, okutuka ku nsalo Eyabagesuli Nabamaakasi, nekitundu kya Gireada, ensalo ya
6 Sikoni kabaka Wekeseboni. Musa omuwereza wa Mukama nabana ba Isiraeri babakuba: ne Musa omuwereza wa Mukama nagiwa okugirya eri Abaleubeni, Nabagada, nekitundu ekyekika kya Manase.

7 Era ne bano be bakabaka abensi Yosuwa nabana ba Isiraeri bebakuba emitala wa Yolidani ku luwi olwebugwanjuba, okuva ku Baaligada mu kiwonvu kya Lebanoni okutuka ku lusozi Kalaka, olulinya Eseira; Yosuwa nagiwa ebika bya Isirae-
8 ri okugirya nga bwebayawulibwa; munsi eyenso-

zi, ne munsi eyensenyi, ne mu Alaba, ne ku nsozi awakirwa, ne mu lukola, ne mu (nsi) eyobukika obwadyo; Omukiti, Omwamoli, Nomukanani, Omuperizi, Omukivi, Nomuyebusi; kabaka Weye- 9
riko, omu; kabaka Weai, ekiriranye Beseri, omu; kabaka Weyerusalemi, omu; kabaka Wekeberoni, 10
omu; kabaka Weyalamusi, omu; kabaka Wera- 11
kisi, omu; kabaka Wegeroni, omu; kabaka We- 12
gezera, omu; kabaka Wedebira, omu; kabaka 13
Wegedera, omu; kabaka Wekoloma, omu; kaba- 14
ka Weyalada, omu; kabaka Weribina, omu; 15
kabaka Weadulamu, omu; kabaka Wemakeda, 16
omu; kabaka Webeseri, omu; kabaka Wetapua, 17
omu; kabaka Wekefera, omu; kabaka Weyafeka, 18
omu; kabaka Werasaloni, omu; kabaka Wema- 19
doni, omu; kabaka Wekazola, omu; kabaka We- 20
simironimeroni, omu; kabaka Weakasafu, omu;
kabaka Wetaanaka, omu; kabaka Wemegido, omu; 21
kabaka Wekedesi, omu; kabaka Weyokaneamu 22
ku Kalameri, omu; kabaka Wedola ku lusozi 23
Dola, omu; kabaka Wegoiimu mu Girigali, omu;
kabaka Wetiriza, omu: bakabaka bona amakumi 24
asatu mwomu.

13

Yosuwa yali ngakadiye nga yakamala emyaka 1
mingi; Mukama namugamba nti Okadiye, waka-
mala emyaka mingi, naye wasigadewo ensi nyingi
nyo okulibwa. Eno ye nsi esigadewo: ebifo 2
byona Ebyabafirisiti Nabagesuli bona; okuva ku 3
Sikola, oguliranye Emisiri, okutuka ku nsalo Eye-
keroni ku luwi olwobukika obwa kono, ebalirwa
Abakanani: abami abatano Ababafirisiti; Aba-
gaza, Nabasidoda, Nabasikeroni, Abagiti, Nabeke-
roni; era Nabavi, ku luwi olwobukika obwadyo: 4
ensi yona Eyabakanani, ne Meala ekyali kya Basi-

doni, okutuka ku Afeka, ku nsalo Eyabamoli:
5 nensi Eyabagebali, ne Lebanoni yona, ku luwi
olwobuvanjuba, okuva ku Baaligada wansi wolu-
sozi Keremoni okutuka ku Kamasi awaingirirwa:
6 abali munsi eyensozi bona okuva ku Lebanoni
okutuka ku Misirefosimaimu, be Basidoni bona;
abo ndibagoba mu maso gabana ba Isiraeri; kyoka
ogigabire Isiraeri okuba obusika, nga bwenakula-
7 gira. Kale kakano ensi eno ogigabe okuba obu-
sika eri ebika omwenda, nekitundu ekyekika kya
8 Manase. Awamu noyo Abaleubeni Nabagada ba-
webwa obusika bwabwe, Musa bweyabawa, emi-
tala wa Yolidani ku luwi olwebuvanjuba, nga
9 Musa omuwereza wa Mukama bweyabawa; okuva
ku Aloera, ekiri ku mabali gekiwonvu Ekyali-
noni, nekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, nolu-
senyi lwona olwa Medeba okutuka ku Diboni;
10 nebibuga byona ebya Sikoni kabaka Wabamoli,
eyafuga mu Keseboni, okutuka ku nsalo eyabana
11 ba Amoni; ne Gireada, nensalo Eyabagesuli
Nabamaakasi, nolusozi lwona Keremoni, ne Basani
12 yona okutuka ku Saleka: obwakabaka bwona
obwa Oga mu Basani, eyafuga mu Asitalosi ne mu
Ederei [oyo ye yasigalawo mu Balefa abasigalawo];
13 kubanga abo Musa yabakuba, nabagoba. Naye
abana ba Isiraeri tebabagoba Abagesuli newaku-
bade Abamaakasi: naye Gesuli ne Maakasi neba-
14 bera wakati mu Isiraeri, ne kakano. Ekika kya
Levi kyoka teyakiwa busika; ebiwebwayo ebiko-
lebwa nomuliro eri Mukama, Katonda wa Isiraeri,
bwe busikabwe, nga bweyamugamba.
15 Musa nakiwa ekika ekyabana ba Leubeni nge-
16 nganda zabwe bwezali. Nensalo yabwe yava ku
Aloera, ekiri ku mabali gekiwonvu Ekyalinoni,
nekibuga ekiri wakati mu kiwonvu, nolusenyi
17 lwona oluliranye Medeba; Keseboni, nebibuga
byakyo byona ebiri mu lusenyi; Diboni, ne
18 Bamosibaali, ne Besibaalimeoni: ne Yakazi, ne

Kedemosi, ne Mefaasi ; ne Kiriasaimu, ne Sibima, 19
ne Zeresisakala ku lusozi olwomukiwonvu ; ne 20
Besipeola, ne Pisiga awakirwa, ne Besiyesimosi ;
nebibuga byona ebyolusenyi, nobwakabaka bwona 21
obwa Sikoni kabaka Wabamoli, eyafuga mu Kese-
boni, Musa gweyakuba awamu nabami Abemi-
diani, Evi, ne Lekemu, ne Zula, ne Kula, ne
Leba, abakungu ba Sikoni, ababera munsi. Era 22
ne Balamu, omwana wa Beola, omulaguzi, abana
ba Isiraeri nebamuta nekita'a awamu nabalala
abatibwa. Nensalo eyabana ba Leubeni Yolidani 23
nensalo (yagwo). Obwo bwe bwali obusika bwa-
bana ba Leubeni ngenganda zabwe bwezali, ebi-
buga nebyalo byamu.

Musa nakiwa ekika kya Gada, be bana ba Gada, 24
ngenganda zabwe bwezali. Nensalo yabwe Ya- 25
zera, nebibuga byona bya Gireada, nekitundu
ekyensi eyabana ba Amoni, okutuka ku Aloera
ekyolekede Laba ; era okuva ku Keseboni oku- 26
tuka ku Lamasimizipe, ne Betonimu ; era okuva
ku Makanaimu okutuka ku nsalo Eyedebira ; ne 27
mu kiwonvu, Besikalamu, ne Besinimira, ne
Sukosi, ne Zafoni, ekitundu ekyasigalawo ekyo-
bwakabaka bwa Sikoni kabaka Owekeseboni, Yo-
lidani nensalo (yagwo), okutuka ku lubalama
lwenyanja Eyekineresi emitala wa Yolidani ku
luwi olwebuvanjuba. Obwo bwe busika bwa- 28
bana ba Gada ngenganda zabwe bwezali, ebibuga
nebyalo byamu.

Musa nagabira ekitundu ekyekika kya Manase : 29
(nomugabo) gwali gwa kitundu ekyekika kya Ma-
nase ngenganda zabwe bwezali. Nensalo yabwe 30
yava ku Makanaimu, Ebasani yona, obwakabaka
bwona obwa Oga kabaka Webasani, nebibuga byo-
na bya Yaira, ebiri mu Basani, ebibuga nkaga :
nekitundu ekimu Ekyegireada, ne Asitalosi, ne 31
Ederei, ebibuga ebyobwakabaka bwa Oga mu
Basani, byali bya bana ba Makira omwana wa

Manase, kye kitundu ekyabana ba Makira nge-
nganda zabwe bwezali.
32 Obwo bwe busika Musa bweyagaba mu nsenyi
eza Moabu, emitala wa Yolidani ku Yeriko, ku
33 luwi olwebuvanjuba. Naye ekika kya Levi Musa
teyakiwa busika: Mukama, Katonda wa Isiraeri,
bwe busika bwabwe, nga bweyabagamba.

14

1 Ne buno bwe busika abana ba Isiraeri bwebalya
munsi ya Kanani, Ereazala kabona, ne Yosuwa,
omwana wa Nuni, nemitwe gyenyumba eza bakita-
bwe ezebika ebyabana ba Isiraeri bwebabagabira,
2 mu kalulu akobusika bwabwe, nga Mukama bwe-
yalagira mu mukono gwa Musa, eri ebika omwe-
3 nda nekitundu ekyekika. Kubanga Musa yali
ngagabye obusika obwebika bibiri nekitundu
ekyekika emitala wa Yolidani: naye Abalevi te-
4 yabagabira busika mubo. Kubanga abana ba
Yusufu bali ebika bibiri, Manase ne Eferaimu:
nebatabawa mugabo munsi Abalevi, wabula ebi-
buga ebyokutulamu, nebyalo ebyali biriranye,
(etale eryokulundiramu) ente zabwe nebintu bya-
5 bwe. Nga Mukama bweyamulagira Musa, abana
ba Isiraeri bwebakola bwebatyo, nebagabana ensi.
6 Abana ba Yuda nebalyoka baja eri Yosuwa mu
Girigali: ne Kalebu, omwana wa Yefune Omuke-
nizi, namugamba nti Omanyi ekigambo Mukama
kyeyagamba Musa kunze ne kugwe mu Kadesi-
7 banea. Nali nakamala emyaka amakumi ana, Musa
omuwereza wa Mukama bweyantuma okuva mu
Kadesibanea okuketa ensi; nimuletera ebigambo
8 nga bwekyali mu mutima gwange. Naye baganda
bange abalinya nange nebasanusa omutima gwaba-
ntu: naye nze nagobererera dala Mukama Katonda
9 wange. Musa nalaira ku lunaku luli, ngayogera

nti Mazima ensi gyolinyemu ekigerekyo eriba busika eri gwe neri abanabo emirembe gyona, kubanga ogobererede dala Mukama Katonda wange. Ne kakano, laba, Mukama ampangaziza, nga bweyayogera, emyaka gino amakumi ana mwetano, okuva ku biro biri Mukama lweyakigamba Musa ekigambo ekyo, Isiraeri bweyatambuliranga mu lukola: ne kakano, laba, lero nakamala emyaka kinana mwetano. Okutusa kakano nina amanyi lero nga bwenalina ku lunaku luli Musa lweyantuma: ngamanyi gange bwegali mu biro biri, amanyi gange bwegali kakano bwegatyo, okulwana nokufuluma nokuingira. Kale kakano mpa olusozi luno, Mukama lweyayogerako ku lunaku luli; kubanga wawulira ku lunaku luli nga Abanaka mwebali, nebibuga ebinene ebiriko ebigo: wozi Mukama alibera nange, nange ndibagoba, nga Mukama bweyayogera. Yosuwa namusabira omukisa; namuwa Kalebu omwana wa Yefune Keberoni okuba obusika. Keberoni kyerwava lubera obusika bwa Kalebu omwana wa Yefune Omukenizi, ne kakano; kubanga yagobererera dala Mukama, Katonda wa Isiraeri. Nerinya lya Keberoni eda lyali Kiriasialaba; (Alaba oyo yali) mukulu mu Banaka. Ensi newumula okulwana.

15

Nakalulu akekika ekyabana ba Yuda ngenganda zabwe bwezali katuka ku nsalo ya Edomu, ku lukola lwa Zini, ku luwi olwobukika obwadyo, ku nkomerero eyobukika obwo. Nensalo yabwe eyobukika obwo yava enyanja eyomunyo gyeva, ku kikono ekiraba mu bukika obwadyo: nebuna ku luwi olwobukika obwadyo olwekubo eririnya ku Akalabimu, neita netuka ku Zini, nerinya ku luwi olwobukika obwadyo olwa Kadesibanea, neita

kumpi ne Kezeroni, nerinya ku Adala, nekyamira
4 ku Kalaka : neita ku Azamoni, nekoma ku muga
Ogwemisiri ; nenkomerero ezensalo zali ku nyanja :
eyo yeribera ensalo yamwe eyobukika obwadyo.
5 Nensalo eyebuvanjuba yali nyanja ya munyo,
okutuka Yolidani wegufukira. Nensalo eyoluwi
olwobukika obwa kono yava ku kikono ekyenyanja
6 Yolidani wegufukira : nensalo nerinya ku Besiko-
gala, neita ku luwi olwobukika obwa kono olwa
Besialaba ; nensalo nerinya netuka ku jinja lya
7 Bokani omwana wa Leubeni : nensalo nerinya ku
Debira ngeva mu kiwonvu Akola, negenda ku
luwi olwobukika obwa kono, neraba Egirigali, ye
mitala wekubo eririnya ku Adumimu, oluli emi-
tala womuga ku luwi olwobukika obwadyo : ne-
nsalo neita netuka ku ma'zi Agensemesi, nenko-
8 merero yayo yali ku Enerogeri : ensalo nerinya
mu kiwonvu ekyomwana wa Kinomu netuka ku
muyegoyego Ogwomuyebusi ku luwi olwobukika
obwadyo [ye Yerusalemi] : ensalo nerinya ku nti-
ko ku lusozi oluli awakirwa mu kiwonvu kya Ki-
nomu ku luwi olwebugwanjuba, ekyali mu nko-
merero eyekiwonvu kya Lefaimu ku luwi olwo-
9 bukika obwa kono : ensalo neretebwa okuva ku
ntiko eyolusozi okutuka ku lu'zi olwama'zi ga
Nefitoa, nebuna ebibuga ebyokulusozi Eferoni ;
ensalo neretebwa ku Baala [ye Kiriasiyealimu] :
10 ensalo nekyama ngeva Ebaala ku luwi olwebu-
gwanjuba eri olusozi Seira, neita netuka ku maba-
li agolusozi Yealimu ku luwi olwobukika obwa kono
[lwe Kyesaloni], neka ku Besisemesi, neita ku ma-
11 bali Agetimina : ensalo nebuna amabali Agekero-
ni ku luwi olwobukika obwa kono : ensalo neretе-
bwa ku Sikeroni, neita netuka ku lusozi Baala, ne-
koma ku Yabeneeri ; nenkomerero zensalo zali
12 ku nyanja. Nensalo eyobugwanjuba yatuka ku
nyanja enene, nensalo (yayo). Eyo ye nsalo eya-

bana ba Yuda ku njuwi zona ngenganda zabwe bwezali.

Ne Kalebu omwana wa Yefune namuwa omu- 13
gabo mu bana ba Yuda, nga Mukama bweyamulagira Yosuwa, ye Kiriasialaba, (Alaba oyo yali) kitawe wa Anaka [ye Keberoni]. Kalebu nagobamu 14
abana abasatu aba Anaka, Sesai, ne Akimamu, ne Talamai, abana ba Anaka. Nava eyo, nalinya 15
okulwanyisa abali mu Debira: nerinya lya Debira eda lyali Kiriasisefera. Kalebu nayogera nti Ana- 16
kuba Kiriasisefera nakimenya, oyo namuwa omuwala wange Akasa okumuwasa. Osinieri omwana 17
wa Kenazi, muganda wa Kalebu, nakimenya: namuwa Akasa omuwalawe okumuwasa. Awo, bwe- 18
yaja (gyali), namusabya kitawe olusuku: nava ku ndogoiye; Kalebu namugamba nti Oyagala ki? Nayogera nti Mpa omukisa; kubanga ontade mu- 19
nsi eyobukika obwadyo, era mpa nenzi'zi ezama-'zi. Namuwa enzi'zi ezengulu nezemanga.

Obwo bwe busika obwekika ekyabana ba Yuda 20
ngenganda zabwe bwezali.

Nebibuga ebyenkomerero ebyekika ekyabana ba 21
Yuda, eri ensalo Eyedomu ku luwi olwobukika obwadyo, byali Kabazeeri, ne Edera, ne Yagula; ne Kina, ne Dimona, ne Adada; ne Kedesi, ne 22, 23
Kazola, ne Isinani; Zifu, ne Teremu, ne Bealosi; 24
ne Kazolakadata, ne Keriosikezeroni [ye Kazola]; 25
Amamu, ne Sema, ne Molada; ne Kazalagada, 26, 27
ne Kesimoni, ne Besipereti; ne Kazalasuala, ne Be- 28
eriseba, ne Biziosia: Baala, ne Yimu, ne Ezemu; 29
ne Eretolada, ne Kyesiri, ne Koloma; ne Zika- 30, 31
laga, ne Madamana, ne Sanasana; ne Lebaosi, ne 32
Sirikimu, ne Aini, ne Limoni: ebibuga byona biri amakumi abiri mu mwenda, nebyalo byabyo.

Munsi eyensenyi, Esitaola, ne Zola, ne Asina; 33
ne Zanoa, ne Enganimu, Tapua, ne Enamu; 34
Yalamusi, ne Adulamu, Soko, ne Azeka; ne Saa- 35, 36

laimu, ne Adisaimu, ne Gedera, ne Gederosaimu; ebibuga kumi nebina nebyalo byabyo.
37, 38 Zenani, ne Kadasa, ne Migidalagada; ne Di-
39 rani, ne Mizipe, ne Yokiseeri; Lakisi, ne Bozikasi,
40 ne Egeroni; ne Kaboni, ne Lamamu, ne Kitirisi;
41 ne Gederosi, Besidagoni, ne Naama, ne Makeda; ebibuga kumi na mukaga nebyalo byabyo.
42, 43 Libina ne Esera, ne Asana; ne Ifita, ne Asina,
44 ne Nezibu; ne Keira, ne Akizibu, ne Malesa; ebibuga mwenda nebyalo byabyo.
45 Ekeroni nebibuga byamu nebyalo byakyo:
46 okuva ku Ekeroni okutuka ku nyanja, byona ebiriranye Asidoda, nebyalo byabyo.
47 Asidoda, ebibuga byakyo nebyalo byakyo; Gaza, ebibuga byakyo nebyalo byakyo: okutuka ku muga Ogwemisiri, nenyanja enene, nensalo yayo.
48 Ne munsi eyensozi, Samira, ne Yatira, ne Soko;
49, 50 ne Dana, ne Kiriasisana [ye Debira]; ne Anaba,
51 ne Esetemo, ne Animu; ne Goseni, ne Koloni, ne Giro; ebibuga kumi nekimu nebyalo byabyo.
52, 53 Alabu, ne Duma, ne Esani; ne Yanimu, ne
54 Besitapua, ne Afeka; ne Kumita, ne Kiriasialaba [ye Keberoni], ne Ziola; ebibuga mwenda nebyalo byabyo.
55, 56 Maoni, Kalameri, ne Zifu, ne Yuta; ne Yeze-
57 reeri, ne Yokadeamu, ne Zanoa; Kaini, Gibea, ne Timina; ebibuga kumi nebyalo byabyo.
58, 59 Kalikuli, Besizula, ne Gedola; ne Maalasi, ne Besianosi, ne Eritekoni; ebibuga mukaga nebyalo byabyo.
60 Kiriasibaali [ye Kiriasiyealimu], ne Laba; ebibuga bibiri nebyalo byabyo.
61, 62 Mu lukola, Besialaba, Midini, ne Sekaka; ne Nibisani, nekibuga Ekyomunyo, ne Engedi; ebibuga mukaga nebyalo byabyo.
63 Era Abayebusi, be bali mu Yerusalemi, abana ba Isiraeri nebatainza kubagobamu: naye Abayebu-

si nebabera wamu nabana ba Isiraeri mu Yerusalemi, ne kakano.

16

Nakalulu akabana ba Yusufu kava ku Yolidani Yeriko wekiri, ku ma'zi Ageveriko ku luwi olwebuvanjuba, lwe lukola olulinya nga luva ku Yeriko neruita munsi eyensozi nerutuka ku Beseri; nekava mu Beseri nekabuna Eruzi, nekaita ku nsalo Eyabalaki mu Atalosi; nekaka ku luwi olwebugwanjuba ku nsalo Eyabayafaleti, ku nsalo Eyebesikoloni ekyemanga, ku Gezera; nenkomerero zako zali ku nyanja. Nabana ba Yusufu, Manase ne Eferaimu, nebatwala obusika bwabwe. Nensalo eyabana ba Eferaimu ngenganda zabwe bwezali yali (bweti): ensalo eyobusika bwabwe ku luwi olwebuvanjuba yali Atalosiadala, okutuka ku Besikoloni ekyengulu; ensalo nekoma ku luwi olwebugwanjuba ku Mikamesasi ku luwi olwobukika obwa kono; ensalo neyetolola ku luwi olwebuvanjuba ku Taanasisiro, nekiitako ku luwi olwebuvanjuba Olweyanoa; neva mu Yanoa neka ku Atalosi, ne ku Naala, netuka ku Yeriko, nekoma ku Yolidani. Okuva mu Tapua ensalo neita ku luwi olwebugwanjuba netuka ku muga Kana; nenkomerero zayo zali ku nyanja. Buno bwe busika obwekika ekyabana ba Eferaimu ngenganda zabwe bwezali; wamu nebibuga ebyaterekerwa abana ba Eferaimu wakati mu busika obwabana ba Manase, ebibuga byona nebyalo byabyo. Nebatagoba Bakanani abali mu Gezera: naye Abakanani nebabera wakati mu Eferaimu, ne kakano, nebafuka abadu okukola emirimu emiragire.

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10

17

1 Ne (kano) ke kāli akalulu akekika kya Manase; kubanga oyo ye yali omuberyeberye wa Yusufu. Makira, omuberyeberye wa Manase, era jaja wa Gireada, kubanga yali mulwanyi, kyeyava alya
2 Gireada ne Basani. Nakalulu akabana ba Manase abalala kali ngenganda zabwe bweza'i; akabana ba Abieza, nakabana ba Kereka, nakabana ba Asirieri, nakabana ba Sekemu, nakabana ba Kefera, nakabana ba Semida: abo be bana abobulenzi aba Manase omwana wa Yusufu ngenganda
3 zabwe bwezali. Naye Zerofekada, omwana wa Kefera, omwana wa Gireada, omwana wa Makira, omwana wa Manase, teyazala ba bulenzi, wabula abobuwala: nago ge manya agabanabe abobuwala, Makala, ne Nuwa, Kogala, Mirika, ne Ti-
4 riza. Nebasemberera Ereazala kabona, ne Yosuwa omwana wa Nuni, nabakulu, nga bogera nti Mukama yalagira Musa okutuwa obusika mu baganda bafe: kyeyava abawa, nga Mukama bweya-
5 lagira, obusika mu baganda ba kitabwe. Ebitundu kumi nebituka ku Manase, obutasako nsi ya
6 Gireada ne Basani, eri emitala wa Yolidani; kubanga abana ba Manase abawala balya obusika mu banabe abobulenzi: nensi ya Gireada abana
7 abalala aba Manase nebagirya. Nensalo ya Manase yava mu Aseri netuka ku Mikamesasi, Sekemu gyekiraba; ensalo neita ku mukono ogwadyo,
8 netuka kwabo abali mu Entapua. Ensi ya Tapua Manase nagirya: naye Tapua (ekyali) mu nsalo ya
9 Manase abana ba Eferaimu nebakirya. Ensalo neka netuka ku muga Kana, ku luwi olwobukika obwadyo olwomuga: ebibuga ebyo Eferaimu nabirya mu bibuga bya Manase: nensalo ya Manase yali ku luwi olwobukika obwa kono olwo-
10 muga, nenkomerero zayo zali ku nyanja: oluwi

olwobukika obwadyo Eferaimu nalulya, noluwi olwobukika obwa kono Manase nalulya, nenyanja yali nsaloye ; nebatuka ku Aseri ku luwi olwobukika obwa kono, ne ku Isakali ku luwi olwebuvanjuba. Manase nalya mu (nsi) ya Isakali neya 11
Aseri, Besiseana nebibuga byakyo, ne Ibaleamu nebibuga byakyo, nabali mu Dola nebibuga byakyo, nabali mu Endola nebibuga byakyo, nabali mu Taanaka nebibuga byakyo, nabali mu Megido nebibuga byakyo, ze nsozi esatu.
Naye abana ba Manase nebatainza kugobamu 12
(abali mu) bibuga ebyo ; naye Abakanani nebagala okubera munsi eyo. Awo, abana ba Isiraeri bwe- 13
bafuna amanyi, nebakoza Abakanani emirimu emiragire, nebatabagobera dala.

Abana ba Yusufu nebamugamba Yosuwa, nga 14
bogera nti Kiki ekikumpeseza akalulu akamu koka nekitundu ekimu okuba obusika, kuba ndi gwanga dene, kuba okutuka lero Mukama yampanga omukisa ? Yosuwa nabagamba nti Oba oli gwa- 15
nga dene, golokoka ogende mu kibira, wesayire omwo munsi Eyabaperizi Neyabalefa ; kubanga ensi eyensozi ya Eferaimu ekufunza. Abana ba 16
Yusufu nebogera nti Ensi eyensozi tetumala : Nabakanani bona abali munsi eyekiwonvu balina amagali agebyuma, abo abali mu Besiseana nebibuga byakyo era nabo abali mu kiwonvu Ekyeyezereeri. Yosuwa nagamba enyumba ya Yusufu, 17
ye Eferaimu ne Manase, ngayogera nti Oli gwanga dene, era olina namanyi mangi : toliba na kalulu kamu koka : naye ensi eyensozi eribera 18
yiyo ; kuba newakubade nga kibira, olikisawa, namakubo agavamu galiba gago : kubanga Abakanani olibagobamu, newakubade nga balina amagali agebyuma, era newakubade nga ba manyi.

18

1 Nekibina kyona ekyabana ba Isiraeri nebakunganira mu Siro, nebasimba eyo ewema eyokusisinkaniramu: ensi nejemulukuka mu maso ga-
2 bwe. Era wasigalawo mu bana ba Isiraeri ebika
3 musanvu, ebitanagabana busika bwabyo. Yosuwa nabagamba abana ba Isiraeri nti Mulitusa wa okugayala okuingira okulya ensi, Mukama Katonda
4 wa bajaja bamwe gyeyabawa? Mwerondere abantu basatu buli kika: nange ndibatuma, nabo baligolokoka nebatambula munsi yona, nebagiwandika bwefanana ngobusika bwabwe bwebuli; neba-
5 lyoka baja gyendi. Era baligigaba ebitundu musanvu; Yuda alibera mu nsaloye ku luwi olwobukika obwadyo, nenyumba ya Yusufu eriberz mu nsalo yabwe ku luwi olwobukika obwa kono.
6 Era muliwandika ensi mu bitundu musanvu, nemuleta gyendi (byemuwandise): nange ndibakubira obululu wano mu maso ga Mukama Kato-
7 nda wafe. Kubanga Abalevi tebalina mugabo mumwe; kubanga obwakabona bwa Mukama bwe busika bwabwe: ne Gada ne Leubeni nekitundu ekyekika kya Manase bamala okuwebwa obusika bwabwe emitala wa Yolidani ku luwi olwebuvanjuba, Musa omuwereza wa Mukama bweyabawa.
8 Abantu nebagolokoka nebagenda: Yosuwa nabalagira abo abagenda okuwandika ensi, ngayogera nti Mugende mutambule munsi yona, mugiwandike, mukomewo gyendi, nange ndibakubira obululu wano mu maso ga Mukama mu Siro.
9 Abantu nebagenda nebaita munsi, nebagiwandika buli kibuga mu bitundu musanvu mu kitabo,
10 nebaja eri Yosuwa mu lusisira mu Siro. Yosuwa nabakubira obululu mu Siro mu maso ga Mukama: Yosuwa nabagabira eyo ensi abana ba Isiraeri ngemigabo gyabwe bwegyali.

Akalulu akekika ekyabana ba Benyamini neka- 11
ja ngenganda zabwe bwezali; nensalo eyakalulu
kabwe nekasokera wakati mu bana ba Yuda nabana
ba Yusufu. Nensalo yabwe eyobukika obwa kono 12
yava ku Yolidani: ensalo nerinya ku muyegoyego
Ogweyeriko ku luwi olwobukika obwa kono, neri-
nva munsi eyensozi ku luwi olwebugwanjuba; ne-
nkomerero zayo zali ku lukola Olwebesiaveni. E- 13
nsalo neva eyo neita netuka ku Luzi, ku muyegoyego
Ogweruzi [ye Beseri], ku luwi olwobukika obwa-
dyo; ensalo neka ku Atalosiadala kumpi nolusozi
oluli ku luwi olwobukika obwadyo Olwebesikolo-
ni ekyemanga. Ensalo neretebwa neyetolola ku 14
luwi olwebugwanjuba (negenda) obukika obwadyo
ngeva ku lusozi Besikoloni gyekiraba obukika
obwadyo; nenkomerero zayo zali ku Kiriasibaali
[ye Kiriasiyealimu], ekibuga ekyabana ba Yuda:
olwo luwi olwebugwanjuba. Noluwi olwobukika 15
obwadyo lwava Kiriasiyealimu gyekikoma, ensalo
nebuna ebugwanjuba, nebuna olu'zi olwama'zi
ga Nefitoa: ensalo neka olusozi gyerusimba oluli- 16
ranye ekiwonvu ekyomwana wa Kinomu, ekyali
mu kiwonvu kya Lefa ku luwi olwobukika obwa
kono; neka mu kiwonvu kya Kinomu, ku bala-
ma Eryomuyebusi ku luwi olwobukika obwadyo,
neka ku Enerogeri; neretebwa ku bukika obwa 17
kono, nekoma mu Ensemesi, nebuna Gerirosi, ekiri
emitala wekubo eririnya okugenda Adumimu;
neita netuka ku jinja lya Bokani omwana wa Le-
ubeni; neita ku bali okwolekera Alaba ku luwi 18
olwobukika obwa kono, neka mu Alaba: ensalo 19
neita netuka ku mabali Agebesikogala ku luwi
olwobukika obwa kono: nenkomerero zensalo zali
ku kikono ekyobukika obwa kono ekyenyenja eyo-
munyo, Yolidani wegufukira: eyo ye nsalo eyobu-
kika obwadyo. Ne Yolidani gwali nsalo yayo ku 20
luwi olwebuvanjuba. Obwo bwe bwali obusika
obwabana ba Benyamini, mu nsalo zabwo ezeto-

21 lode, ngenganda zabwe bwezali. Era ebibuga
ebyekika ekyabana ba Benyamini ngenganda za-
bwe bwezali byali Yeriko, ne Besikogala, ne Eme-
22 kezizi; ne Besialaba, ne Zemalaimu, ne Beseri;
23, 24 ne Avimu, ne Pala, ne Ofera; ne Kefalamoni,
ne Ofini, ne Geba; ebibuga kumi na bibiri nebyalo
25, 26 byabyo; Gibeoni, ne Lama, ne Beerosi; ne Mi-
27 zipe, ne Kefira, ne Moza; ne Lekemu, ne Iripeeri,
28 ne Talala; ne Zera, Erefu, Nomuyebusi [ye Yeru-
salemi], Gibeasi, (ne) Kiriasi; ebibuga kumi na
bina nebyalo byabyo. Obwo bwe busika obwabana
ba Benyamini ngenganda zabwe bwezali.

19

1 Nakalulu akokubiri nekavira Simeoni, kye
kika ekyabana ba Simeoni ngenganda zabwe
bwezali: nobusika bwabwe bwali wakati mu busi-
2 ka obwabana ba Yuda. Nebalya obusika bwabwe,
3 Beeriseba, oba Seba, ne Molada; ne Kazalasuali,
4 ne Bala, ne Ezemu; ne Eretolada, ne Besuli, ne
5 Koloma; ne Zikalaga, ne Besimalakabosi ne Ka-
6 zalasusa; ne Besirebaosi, ne Salukeni; ebibuga
7 kumi na bisatu nebyalo byabyo: Aini, Limoni, ne
Esera, ne Asani; ebibuga bina nebyalo byabyo:
8 nebyalo byona ebyetolode ebibuga ebyo okutuka
ku Baalasibeeri, kye Lama ekyobukika obwadyo.
Obwo bwe busika obwekika ekyabana ba Simeoni
9 ngenganda zabwe bwezali. Mu kitundu ekya-
bana ba Yuda mwe mwava obusika obwabana ba
Simeoni: kubanga omugabo ogwabana ba Yuda
gwabalema okubuna: abana ba Simeoni kyebava
balya obusika wakati mu busika bwabwe.
10 Nakalulu akokusatu nekaja ku bana ba Zebulu-
ni ngenganda zabwe bwezali: nensalo eyobusika
11 bwabwe yatuka ku Salida: nensalo yabwe nerinya
ku luwi olwebugwanjuba, netuka ku Malala, netu-

ka ku Dabesesi ; netuka ku muga Yokineamu we-
kiraba ; neva ku Salida nekyamira ku luwi olwe- 12
buvanjuba okutuka ku nsalo Eyekisirositabola ;
nebuna ku Daberasi, nerinya ku Yafiya ; neva eyo 13
neita ku luwi olwebuvanjuba netuka ku Gasike-
fera, ku Esikazini ; nekoma ku Limoni ekituka ku
Nea : ensalo neyetolola ku luwi olwobukika obwa 14
kono netuka ku Kanasoni : nenkomerero zayo zali
ku kiwonvu Ifitakeri ; ne Katasi, ne Nakalali, ne 15
Simironi, ne Idala, ne Besirekemu : ebibuga kumi
na bibiri nebyalo byabyo. Obwo bwe busika 16
obwabana ba Zebuluni ngenganda zabwe bweza-
li, ebibuga ebyo nebyalo byabyo.

Akalulu akokuna nekavira Isakali, be bana ba 17
Isakali ngenganda zabwe bwezali. Nensalo ya- 18
bwe netuka ku Yezereeri, ne Kesulosi, ne Sune-
mu ; ne Kafalaimu, ne Sioni, ne Anakalasi ; ne 19, 20
Labisi, ne Kisioni, ne Ebezi : ne Lemesi, ne E- 21
nganimu, ne Enkada, ne Besipazezi ; ensalo netuka 22
ku Tabola, ne Sakazuma, ne Besisemesi ; nenko-
merero zensalo yabwe zali ku Yolidani : ebibuga
kumi na mukaga nebyalo byabyo. Obwo bwe 23
busika obwekika ekyabana ba Isakali ngenganda
zabwe bwezali, ebibuga nebyalo byabyo.

Nakalulu akokutano nekavira ekika ekyabana 24
ba Aseri ngenganda zabwe bwezali. Nensalo 25
yabwe yali Kerikasi, ne Kali, ne Beteni, ne Aka-
safu ; ne Alamereka, ne Amada, ne Misali ; netu- 26
ka ku Kalameri ku luwi olwebugwanjuba, ne ku
Sikoliribinasi ; nekyamira ku luwi olwebugwa- 27
njuba netuka ku Besidagoni, netuka ku Zebuluni,
ne ku kiwonvu Ifitakeri ku luwi olwobukika obwa
kono okutuka ku Besiemeka ne Neyeri ; nebuna
ku Kabuli ku mukono ogwa kono, ne Eberoni, ne 28
Lekobu, ne Kamoni, ne Kana, okutuka ku
Sidoni ekinene ; ensalo nekyamira ku Lama, ne ku 29
kibuga ekiriko ekigo Tulo ; ensalo nekyamira ku
Kosa ; nenkomerero zayo zali ku nyanja munsi

30 eriranye Akazibu : era ne Uma, ne Afeka, ne Leko-
bu : ebibuga amakumi abiri mu bibiri nebyalo
31 byabyo. Obwo bwe busika obwekika ekyabana
ba Aseri ngenganda zabwe bwezali, ebibuga ebyo
nebyalo byabyo.
32 Akalulu akomukaga nekavira abana ba Nafutali,
be bana ba Nafutali ngenganda zabwe bwezali.
33 Nensalo yabwe yava ku Kerefu, okuva ku mwera
oguli mu Zaananimu, ne Adaminekebu, ne Yabi-
neeri, okutuka ku Lakumu ; nenkomerero zayo
34 zali ku Yolidani : ensalo nekyamira ku luwi
obwebugwanjuba netuka ku Azinositabola, neva
eyo nebuna ku Kukoka ; netuka ku Zebuluni ku
luwi olwobukika obwadyo, netuka ku Aseri ku
luwi olwebugwanjuba, ne ku Yuda ku Yolidani
35 ku luwi olwebuvanjuba. Nebibuga ebiriko ebigo
36 byali Zidimu, Zera, ne Kamasi, Lakasi, ne Ki-
37 neresi ; ne Adama, ne Lama, ne Kazola ; ne Kedesi ;
38 ne Ederei, ne Enkazola ; ne Ironi, ne Migidaleri,
Kolemu, ne Besanasi, ne Besisemesi ; ebibuga kumi
39 na mwenda nebyalo byabyo. Obwo bwe busika
obwekika ekyabana ba Nafutali ngenganda zabwe
bwezali, ebibuga nebyalo byabyo.
40 Akalulu akomusanvu nekavira ekika ekyabana
41 ba Dani ngenganda zabwe bwezali. Nensalo
eyobusika bwabwe yali Zola, ne Esitaoli, ne Irise-
42,43 mesi ; ne Saalabini, ne Ayaloni, ne Isira ; ne
44 Eroni, ne Timina, ne Ekeroni ; ne Ereteke, ne
45 Gibesoni, ne Baalasi ; ne Yekuda, ne Beneberaka,
46 ne Gasirimoni ; ne Meyalakoni, ne Lakoni, nensalo
47 Yafo gyekiraba. Ensalo eyabana ba Dani nebuna
ensi etali yabwe : kubanga abana ba Dani balinya
nebalwanyisa Lesemu, nebakimenya, nebakita ne-
kitala nebakirya, nebakiberamu, nebakituma Le-
48 semu Dani, lye linya lya Dani jaja wabwe. Obwo
bwe busika obwekika ekyabana ba Dani ngenganda
zabwe bwezali, ebibuga ebyo nebyalo byabyo.
49 Bwebatyo bwebamalira dala okugaba ensi oku

ba obusika mu nsalo zayo ; nabana ba Isiraeri nebamuwa Yosuwa omwana wa Nuni obusika wakati wabwe : nga Mukama bweyalagira nebamuwa ekibuga kyeyasaba, ye Timinasisera munsi eyensozi eya Eferaimu : nakizimba ekibuga nabera omwo.

Obwo bwe busika, Ereazala kabona ne Yosuwa omwana wa Nuni nemitwe (egyenyumba) za bakitabwe ezebika ebyabana ba Isiraeri bwebagabanira nobululu okuba obusika mu Siro mu maso ga Mukama mu mulyango ogwewema gyebakunganirangamu. Bwebatyo bwebamalira dala okugabana ensi.

20

Mukama namugamba Yosuwa nti Obagambe abana ba Isiraeri nti Mweterekere ebibuga ebyokudukiramu, byenabagambako mu mukono gwa Musa : omusi ata omuntu yena nga tayagade nga talabye alyoke abidukiremu : nebyo biriba ekidukiro kyamwe eri omuwalanyi womusai. Era alidukira ku kimu ku bibuga ebyo, aliimirira ku muzigo gwa wankaki owekibuga, alibulira ensongaye mu matu gabakade abekibuga ekyo ; nabo balimutwala mu kibuga gyebali, balimuwa ekifo, alyoke ababeremu. Era obanga omuwalanyi womusai alimugoberera, tebaliwayo musi mu mukonogwe : kubanga yakuba muntu mune nga talabye, nga tamukyawanga. Naye alibera mu kibuga omwo, okutusa lwaliimirira mu maso gekibina okusalirwa omusango, okutusa kabona omukulu alibera mu naku ezo lwalifa : omusi nalyoka adayo naja mu kibugakye, ne mu nyumbaye, mu kibuga mweyava okuduka. Nebatereka Kedesi mu Galiraya munsi eyensozi eya Nafutali, ne Sekemu munsi eyensozi eya Eferaimu, ne Kiriasialaba [ye Keberoni] munsi eyensozi eya Yuda. Nemitala

wa Yolidani ku Yeriko ku luwi olwebuvanjuba, batereka Bezera mu lukola mu lusenyi mu kika kya Leubeni, ne Lamosi mu Gireada mu kika kya Gada, ne Golani mu Basani mu kika kya Manase.
9 Ebyo bye bibuga ebyalagirirwa abana ba Isiraeri bona, ne munagwanga abalimu, buli atanga omuntu yena nga talabye adukire omwo, aleme okutibwa nomukono gwomuwalanyi womusai, okutusa lwaliimirira mu maso gekibina.

21

1 Awo emitwe (egyenyumba) za bakitabwe Ezabalevi nebaja eri Ereazala kabona neri Yosuwa omwana wa Nuni neri emitwe (egyenyumba) za
2 bakitabwe ezebika ebyabana ba Isiraeri: nebabagambira mu Siro munsi ya Kanani nti Mukama yalagira mu mukono gwa Musa okutuwa ebibuga ebyokuberamu, nebyalo ebiriranye, (etale eryoku-
3 lundiramu) ente zafe. Abana ba Isiraeri nebabawa Abalevi mu busika bwabwe, nga Mukama bweyalagira, ebibuga bino netale lyabyo.
4 Nakalulu nekavira enganda Ezabakokasi: nabana ba Aloni kabona, abali ba (kika kya) Balevi, nebawebwa akalulu mu kika kya Yuda, ne mu kika Ekyabasimeoni, ne mu kika kya Benyamini, ebibuga kumi na bisatu.
5 Nabana ba Kokasi abalala nebawebwa akalulu mu nganda ezekika kya Eferaimu, ne mu kika kya Dani, ne mu kitundu ekyekika kya Manase, ebibuga kumi.
6 Nabana ba Geresoni nebawebwa akalulu mu nganda ezekika kya Isakali, ne mu kika kya Aseri, ne mu kika kya Nafutali, ne mu kitundu ekyekika kya Manase mu Basani, ebibuga kumi na bisatu.
7 Abana ba Merali nebawebwa ngenganda za-

bwe bwezali mu kika kya Leubeni, ne mu kika kya Gada, ne mu kika kya Zebuluni, ebibuga kumi na bibiri.

Nabana ba Isiraeri nebabawa nobululu Abalevi ebibuga ebyo netale lyabyo, nga Mukama bweyalagira mu mukono gwa Musa. Nebabawa mu kika ekyabana ba Yuda, ne mu kika ekyabana ba Simeoni, ebibuga bino ebigenda okutumibwa: nebiba bya bana ba Aloni, abenganda Ezabakokasi, abomubana ba Levi: kubanga omugabo gwabwe gwe gwasoka. Nebabawa Kiriasialaba, (Alaba oyo yali) kitawe wa Anaka, [ye Keberoni,] munsi eyensozi eya Yuda, nebyalo byakyo ebikyetolode. Naye enimiro zekibuga nebyalo byakyo nebabiwa Kalebu omwana wa Yefune okubirya.

Nebabawa abana ba Aloni kabona Keberoni nebyalo byakyo ebiriranye, ekibuga ekyokudukiramu omusi, ne Libina nebyalo byakyo ebiriranye; ne Yatira nebyalo byakyo ebiriranye, ne Esetemoa nebyalo byakyo ebiriranye; ne Koloni nebyalo byakyo ebiriranye, ne Debira nebyalo byakyo ebiriranye; ne Aini nebyalo byakyo ebiriranye, ne Yuta nebyalo byakyo ebiriranye, (ne) Besisemesi nebyalo byakyo ebiriranye: ebibuga mwenda mu bika ebyo ebibiri. Ne mu kika kya Benyamini, Gibeoni nebyalo byakyo ebiriranye, Geba nebyalo byakyo ebiriranye; Anasosi nebyalo byakyo ebiriranye, ne Alamoni nebyalo byakyo ebiriranye; ebibuga bina. Ebibuga byona ebyabana ba Aloni, bakabona, byali bibuga kumi na bisatu nebyalo byabyo ebiriranye.

Nenganda ezabana ba Kokasi, Abalevi, be bana ba Kokasi abalala, nebalya ebibuga ebyakalulu kabwe mu kika kya Eferaimu. Nebabawa Sekemu nebyalo byakyo ebiriranye munsi eyensozi eya Eferaimu, ekibuga ekyokudukiramu omusi, ne Gezera nebyalo byakyo ebiriranye; ne Kibizaimu nebyalo byakyo ebiriranye, ne Besikoloni nebyalo

23 byakyo ebiriranye; ebibuga bina. Ne mu kika
kya Dani, Ereteke nebyalo byakyo ebiriranye, Gi-
24 besoni nebyalo byakyo ebiriranye; Ayaloni nebyalo
byakyo ebiriranye, Gasirimoni nebyalo byakyo ebi-
25 riranye; ebibuga bina. Ne mu kitundu ekyekika
kya Manase, Taanaka nebyalo byakyo ebiriranye,
ne Gasirimoni nebyalo byakyo ebiriranye; ebi-
26 buga bibiri. Ebibuga byona ebyenganda ezabana
ba Kokasi abalala byali kumi nebyalo byabyo
ebiriranye.
27 (Nebabawa) abana ba Geresoni, abenganda Eza-
balevi, mu kitundu ekyekika kya Manase Golani
mu Basani nebyalo byakyo ebiriranye, ekibuga
ekyokudukiramu omusi; ne Beesetera nebyalo
28 byakyo ebiriranye; ebibuga bibiri. Ne mu kika
kya Isakali, Kisioni nebyalo byakyo ebiriranye,
29 Daberasi nebyalo byakyo ebiriranye; Yalamusi
nebyalo byakyo ebiriranye, Enganimu nebyalo
30 byakyo ebiriranye; ebibuga bina. Ne mu kika
kya Aseri, Misali nebyalo byakyo ebiriranye, Abu-
31 doni nebyalo byakyo ebiriranye; Kerikasi nebyalo
byakyo ebiriranye, ne Lekobu nebyalo byakyo
32 ebiriranye; ebibuga bina. Ne mu kika kya Na-
futali, Kedesi mu Galiraya nebyalo byakyo ebiri-
ranye, ekibuga ekyokudukiramu omusi, ne Kama-
sidola nebyalo byakyo ebiriranye, ne Kalatani ne-
33 byalo byakyo ebiriranye; ebibuga bisatu. Ebibu-
ga byona Ebyabageresoni ngenganda zabwe bwe-
zali byali ebibuga kumi na bisatu nebyalo byabyo
ebiriranye.
34 (Nebabawa) enganda ezabana ba Merali, (be) Ba-
levi abalala, mu kika kya Zebuluni, Yokineamu
nebyalo byakyo ebiriranye, ne Kalata nebyalo
35 byakyo ebiriranye, Dimina nebyalo byakyo ebiri-
ranye, Nakalali nebyalo byakyo ebiriranye; ebi-
36 buga bina. Ne mu kika kya Leubeni, Bezera
nebyalo byakyo ebiriranye, ne Yakazi nebyalo
37 byakyo ebiriranye, Kedemosi nebyalo byakyo

ebiriranye, ne Mefaasi nebyalo byakyo ebiriranye ;
ebibuga bina. Ne mu kika kya Gada, Lamosi mu 38
Gireada nebyalo byakyo ebiriranye, ekibuga ekyo-
kudukiramu omusi, ne Makanaimu nebyalo byakyo
ebiriranye ; Keseboni nebyalo byakyo ebiriranye, 39
Yazera nebyalo byakyo ebiriranye ; byona ebibuga
bina. Ebyo byona byali bibuga bya bana ba Merali 40
ngenganda zabwe bwezali, ze nganda endala
Ezabalevi ; nakalulu kabwe kāli ebibuga kumi na
bibiri.

Ebibuga byona Ebyabalevi (ebyali) wakati mu 41
butaka obwabana ba Isiraeri byali ebibuga ama-
kumi ana mu munana nebyalo byabyo ebiriranye.
Ebibuga ebyo byona byalina ebyalo byabyo ebibye- 42
tolode : bwebyali bwebityo ebibuga ebyo byona.

Mukama bweyabawa bwatyo Abaisiraeri ensi 43
yona gyeyalairira okubawa bajaja babwe ; neba-
girya, nebagiberamu. Mukama nabawumuza enju- 44
wi zona, nga byona byeyalairira bajaja babwe : so
tewali muntu mu balabe babwe bona eyaimirira
mu maso gabwe ; Mukama yawayo abalabe babwe
bona mu mukono gwabwe. Tewali kigambo eki- 45
tatuka mu birungi byona Mukama byeyagamba
enyumba ya Isiraeri ; byona byatuka.

22

Awo Yosuwa naita Abaleubeni, Nabagada, ne- 1
kitundu ekyekika kya Manase, nabagamba nti 2
Mukute byona Musa omuwereza wa Mukama
byeyabalagira, era muwulide edobozi lyange mu
byona byenabalagira : temulekanga baganda ba- 3
mwe enaku ezo enyingi okutuka lero, naye
mukute ekiragiro ekyeteka lya Mukama Katonda
wamwe. Ne kakano Mukama Katonda wamwe 4
abawumuziza baganda bamwe, nga bweyabaga-
mba : kale kakano mukyuke muingire mu wema

zamwe (mugende) munsi eyobutaka bwamwe, Musa
omuwereza wa Mukama gyeyabawa emitala wa
5 Yolidani. Naye mwekume nyo okukwata ekira-
giro neteka, Musa omuwereza wa Mukama lyeyaba-
lagira, okwagala Mukama Katonda wamwe, nokuta-
mbulira mu makuboge gona, nokukwata amateka-
ge, nokwegata naye, nokumuwereza nomutima
6 gwamwe gwona era nememe yamwe yona. Awo
Yosuwa nabasabira omukisa, nabasindika: neba-
ingira mu wema zabwe.
7 Naye ekitundu ekimu ekyekika kya Manase
Musa yakiwa (obusika) mu Basani: naye ekitundu
ekyokubiri Yosuwa nakiwa mu baganda babwe emi-
8 tala wa Yolidani ku luwi olwebugwanjuba. Era
Yosuwa bweyabasindika mu wema zabwe, naba-
sabira omukisa, nabagamba nti Mukomewo nebintu
bingi mu wema zamwe, nente nyingi nyo, ne feza,
ne zabu, nebikomo, nebyuma, nengoye nyingi nyo:
mugabane omunyago ogwabalabe bamwe ne baga-
nda bamwe.
9 Nabana ba Leubeni nabana ba Gada nekitundu
ekyekika kya Manase nebadayo nga bava mu bana
ba Isiraeri mu Siro, ekiri munsi ya Kanani, oku-
genda munsi ya Gireada, munsi eyobutaka bwa-
bwe, gyebalya, nga Mukama bweyalagira mu mu-
10 kono gwa Musa. Bwebatuka munsi eriranye
Yolidani, eri munsi ya Kanani, abana ba Leubeni
nabana ba Gada nekitundu ekyekika kya Manase
nebazimba awo ekyoto ku Yolidani, ekyoto eki-
11 nene ekitunulirwa. Nabana ba Isiraeri nebawulira
nga kyogerwa nti Laba, abana ba Leubeni nabana
ba Gada nekitundu ekyekika kya Manase bazi-
mbye ekyoto ku muyegoyego ogwensi ya Kanani,
munsi eriranye Yolidani, ku luwi olwabana ba
12 Isiraeri. Abana ba Isiraeri bwebakiwulira, ekibina
kyona ekyabana ba Isiraeri nebakunganira mu
Siro, okulinya okulwana nabo.
13 Abana ba Isiraeri nebatuma Finekasi omwana

wa Ereazala kabona eri abana ba Leubeni nabana
ba Gada nekitundu ekyekika kya Manase, munsi
ye Gireada ; era awamu naye abakulu kumi, buli 14
kika kya Isiraeri omukulu omu owenyumba ya
bakitabwe ; buli omu yali mutwe gwenyumba
za bakitabwe mu nkumi za Isiraeri. Nebaja eri 15
abana ba Leubeni nabana ba Gada nekitundu eky-
ekika kya Manase, munsi ya Gireada, nebabaga-
mba nti Ekibina kyona kya Mukama bwekyo- 16
gera bwekiti nti Kyonono ki kino kyemwayo-
nona eri Katonda wa Isiraeri, okukyama lero
obutagoberera Mukama kubanga mwezimbira
ekyoto, okujemera Mukama lero? Obubi bwa 17
Peola tebwatumala, bwetutanerongosa okutusa
lero, newakubade nga kawumpuli yaja ku kibina
kya Mukama, mwe okuwalirizibwa okukyama lero 18
obutagoberera Mukama? era kubanga mujemera
Mukama lero, enkya nalyoka asunguwalira ekibina
kyona ekya Isiraeri. Naye era ensi eyobutaka 19
bwamwe obanga si nongofu, kale musomoke mui-
ngire munsi eyobutaka bwa Mukama omuli ewema
ya Mukama, mulye mufe: naye temujemera
Mukama, nafe temutujemera, nga muzimba ekyoto
wabula ekyoto kya Mukama Katonda wafe. Akani 20
omwana wa Zera teyayonona kyonono mu kyate-
rekebwa, obusungu nebugwa ku kibina kyona
ekya Isiraeri? omuntu oli natazikirira yeka mu
bubibwe.

Awo abana ba Leubeni nabana ba Gada neki- 21
tundu ekyekika kya Manase nebadamu nebaga-
mba emitwe gyenkumi za Isiraeri nti Mukama, 22
Katonda wa bakatonda, Mukama, Katonda wa
bakatonda, yamanyi, era naye Isiraeri alimanya;
singa mu kujema oba mu kwonona eri Mukama,
[totulokola fe lero,] mwetwazimbira ekyoto oku- 23
kyama obutagoberera Mukama; oba singa (twa-
kizimba) okukiwerako ekiwebwayo ekyokebwa oba
ekiwebwayo ekyobuta oba okukiwerako sadaka

ezebiwebwayo olwemirembe Mukama ye nyini
24 akivunane; era singa tetwakola bwetutyo olwo-
kwegendereza, nga tulowoza, nga twogera nti Mu
biro ebigenda okuja abana bamwe baliinza oku-
gamba abana bafe nti Mwe mulina ki ne Mukama,
25 Katonda wa Isiraeri? kubanga Mukama yafula
Yolidani ensalo wakati mufe namwe, mwe abana
ba Leubeni nabana ba Gada; temulina mugabo
mu Mukama: bwebatyo abana bamwe bandireseza
26 abana bafe okutya Mukama. Kyetwava twogera
nti Kale tweteketeke okwezimbira ekyoto, si lwa
27 byokye, so si lwa sadaka: naye kiribera muju-
lirwa wakati mufe namwe, ne mu mirembe gyafe
egiritudirira, tulyoke tuwereze Mukama mu ma-
soge nebyokye byafe ne sadaka zafe nebyafe ebi-
webwayo olwemirembe; abana bamwe baleme
okugamba abana bafe mu biro ebigenda okuja
28 nti Temulina mugabo mu Mukama. Kyetwava
twogera nti Bwebalitugamba bwebatyo fe oba
emirembe gyafe mu biro ebigenda okuja, netu-
lyoka twogera nti Laba ekifananyi ekyekyoto kya
Mukama, bajaja bafe kyebakola, si lwa byokye,
so si lwa sadaka; naye ye mujulirwa wakati
29 mufe namwe. Kikafuwe fe okujemera Mukama,
nokukyama lero obutagoberera Mukama, okuzimba
ekyoto olwebiwebwayo ebyokebwa, (oba) ebiwe-
bwayo ebyobuta, oba olwesadaka, wabula ekyoto
kya Mukama Katonda wafe ekiri mu maso gewe-
maye.
30 Awo Finekasi kabona nabakulu bekibina, gye
mitwe gyenkumi za Isiraeri abali awamu naye,
bwebawulira ebigambo abana ba Leubeni nabana
ba Gada nabana ba Manase byebogera, nebasanyu-
31 ka nyo. Ne Finekasi omwana wa Ereazala kabona
nagamba abana ba Leubeni nabana ba Gada na-
bana ba Manase nti Lero tumanyi nga Mukama
ali wakati mufe kubanga temwayonona kyonono
ekyo eri Mukama: kakano mubawonyeza abana

ba Isiraeri mu mukono gwa Mukama. Finekasi 32
omwana wa Ereazala kabona, nabakulu, nebakomawo okuva eri abana ba Leubeni nabana ba Gada, munsi ya Gireada, nebaja munsi ya Kanani, eri abana ba Isiraeri, nebabadiza ebigambo. Ebi- 33
gambo nebibasanyusa abana ba Isiraeri; abana ba Isiraeri nebamutendereza Katonda, nebatayogera nate bigambo bya kulinya okubalwanyisa, okuzikiriza ensi abana ba Leubeni nabana ba Gada mwebali. Abana ba Leubeni nabana ba 34
Gada nebakituma ekyoto Eda: nti Ye mujulirwa wakati mufe nga Mukama ye Katonda.

23

Awo enaku nyingi bwezaita Mukama bweya- 1
bawumuza Abaisiraeri mu balabe babwe bona ababetolola, era Yosuwa ngakadiye ngamaze emyaka mingi; Yosuwa nalyoka abaita Abaisiraeri bona, 2
abakade babwe nemitwe gyabwe, nabalamuzi babwe nabami babwe, nabagamba nti Nze nkadiye, maze emyaka mingi: namwe mwalaba byona 3
Mukama Katonda wamwe byeyabakolera ku mawanga gano gona kulwamwe; kubanga Mukama Katonda wamwe oyo ye yabalwanira. Laba, 4
mbagabide amawanga gano agasigalawo, okuba obusika obwebika byamwe, okuva ku Yolidani, awamu namawanga gona genazikiriza, okutuka ku nyanja enene ku luwi olwebugwanjuba. Ne 5
Mukama Katonda wamwe yalibasindika mu mberi yamwe nabagoba mu maso gamwe; namwe mulirya ensi yabwe, nga Mukama Katonda wamwe bweyabagamba. Kale mugume nyo emyoyo okwe- 6
kuma nokukola byona ebyawandikibwa mu kitabo ekyamateka ga Musa, muleme okugakyamiramu ku mukono ogwadyo newakubade ogwa kono; muleme okuingira ma mawanga gano, 7

agasigala mumwe: newakubade okwogera ku linya lya bakatonda babwe, newakubade okubalaiza, newakubade okubawereza, newakubade okubafukamirira: naye mwegate ne Mukama Katonda
8 wamwe, nga bwemwakolanga okutusa lero. Kubanga Mukama yagoba mu maso gamwe amawanga amanene agamanyi: naye mwe, tewali
9 muntu eyaimirira mu maso gamwe okutusa lero.
10 Munamwe omu aligoba lukumi: kubanga Mukama Katonda wamwe, oyo yabalwanira, nga
11 bweyabagamba. Kale mwekume mweka mu-
12 mwagale Mukama Katonda wamwe. Naye obanga mulida enyuma na katono, nemwegata namawanga gano agasigalawo, ge gagano agasigala mumwe, nemufumbiriganwa nabo, nemuingira gye-
13 bali, nabo (nabaingira) gyemuli: mutegerere dala nga Mukama Katonda wamwe taligoba nate mawanga gano mu maso gamwe; naye galiba mutego nekyambika gyemuli, noluga ku mbirizi zamwe namagwa mu maso gamwe, okutuka lwemulizikirira okuva munsi eno enungi Mukama
14 Katonda wamwe gyeyabawa. Era, laba, lero ngenda olugendo ebintu byona gyebigenda: namwe mumanyi mu mitima gyamwe gyona ne mu meme zamwe zona, nga tewali kigambo kimu ekitatuse mu birungi byona Mukama Katonda wamwe byeyabogerako; byona bibatukide, tewali na kimu
15 mwebyo kitatuse. Awo olulituka, ngebirungi byona bwebyabajira Mukama Katonda wamwe byeyabagamba, bwatyo Mukama alibaletera ebibi byona, okutuka lwalibazikiriza okuva munsi eno enungi Mukama Katonda wamwe gyeyabawa.
16 Bwemulisobya endagano ya Mukama Katonda wamwe, gyeyabalagira, nemugenda nemuwereza bakatonda abalala, nemubafukamirira; obusungu bwa Mukama nebulyoka bwaka kumwe nemuzikirira mangu okuva munsi enungi gyeyabawa.

24

Yosuwa nakunganyiza ebika byona ebya Isi- 1
raeri mu Sekemu, naita abakade ba Isiraeri ne-
mitwe gyabwe nabalamuzi babwe, nabami babwe ;
neberaga mu maso ga Katonda. Yosuwa nagamba 2
abantu bona nti Mukama, Katonda wa Isiraeri,
bwayogera bwati nti Bajaja bamwe babera mu
biro ebyeda emitala Womuga, Tera, kitawe wa
Ibulaima era kitawe wa Nakola : nebawereza baka-
tonda abalala. Nentwala jaja wamwe Ibulaimu 3
nemugya emitala Womuga, nemuleta munsi yona
eya Kanani, nenyongera ezaderye, nemuwa Isaka.
Nemuwa Isaka Yakobo ne Esau : nemuwa Esau 4
olusozi Seira, okululya ; Yakobo nabanabe nebase-
rengeta mu Misiri. Nentuma Musa ne Aloni, ne- 5
mbonyabonya Misiri, ngebyo bwebyali byenakola
wakati wayo : oluvanyuma nembagyamu. Ne ba- 6
jaja bamwe nembagya mu Misiri : nemutuka ku
nyanja ; Nabamisiri nebabagoberera bajaja bamwe
namagali nabebagade embalasi ku Nyanja Emyu-
fu. Bwebamukowola Mukama, nasawo ekiziki- 7
za wakati wamwe Nabamisiri, nabaletako enya-
nja, nabasanikiza ; namaso gamwe galaba byena-
kola mu Misiri : namwe nemumala enaku nyingi
mu lukola. Nembaleta munsi Eyabamoli, abali 8
emitala wa Yolidani ; nebalwana namwe : nemba-
wa mu mukono gwamwe, nensi yabwe nemugirya ;
nembazikiriza mu maso gamwe. Awo Balaka 9
omwana wa Zipola, kabaka wa Moabu, nagoloko
ka nalwana ne Isiraeri ; natuma naita Balamu
omwana wa Beola okubakolimira : naye nengana 10
okuwulira Balamu ; kyeyava abasabira omukisa
nate : bwentyo nembawonya mu mukonogwe.
Nemusomoka Yolidani, nemutuka ku Yeriko : 11
Nabeyeriko nebalwana namwe, Omwamoli, Nomu-
perizi, Nomukanani, Nomukiti, Nomugirigasi,

Nomukivi, Nomuyebusi ; nembawa mu mukono
12 gwamwe. Nentuma enumba mu maso gamwe,
nebagoba mu maso gamwe bakabaka bombi Aba-
bamoli ; si na kitalakyo newakubade omutego-
13 gwo. Nembawa ensi gyotakolera mirimu, nebi-
buga byemutazimba, nemubiberamu ; ensuku eze-
mizabibu nezemizeituni zemutasimba zemulyako.
14 Kale kakano mumutye Mukama, mumuwereze mu
mazima awatali bukusa : era mugyewo bakatonda
bajaja bamwe bebawerezanga emitala Womuga,
15 ne mu Misiri ; mumuwereze Mukama. Era obanga
mulowoza nga kibi okuwereza Mukama, mulonde
lero gwemunawerezanga ; oba bakatonda bajaja
bamwe abali emitala Womuga bebawerezanga, oba
bakatonda Ababamoli, bananyini nsi mwemuli :
naye nze nenyumba yange, fe tunawerezanga Mu-
16 kama. Abantu nebadamu nebagamba nti Kika-
fuwe fe okuleka Mukama okuwereza bakatonda
17 abalala ; kubanga Mukama Katonda wafe, oyo ye
yatulinyisa fe ne bajaja bafe munsi Eyemisiri, mu
nyumba eyobudu, era ye yakola obubonero buli
obunene mu maso gafe, natukuma mu kubo lyona
lyetwaitamu, ne mu mawanga gona getwaitangamu
18 wakati : Mukama nagobamu amawanga gona mu
maso gafe, Abamoli abali munsi : era nafe kye-
tunava tuwereza Mukama ; kubanga ye Katonda
19 wafe. Yosuwa nagamba abantu nti Temuinza
kuwereza Mukama ; kubanga ye Katonda omutu-
kuvu ; ye Katonda owobugya ; talisonyiwa kwo-
20 nona kwamwe newakubade ebibi byamwe. Oba-
nga mulireka Mukama, nemuwereza bakatonda
abagya, nalyoka akyuka nabakola obubi, nabaziki-
21 riza, ngamaze okubakola obulungi. Abantu ne-
bamugamba Yosuwa nti Neda ; naye tunawere-
22 zanga Mukama. Yosuwa nagamba abantu nti
Muli bajulirwa bamwe mweka nga mumulonze
Mukama okumuwereza. Nebogera nti Tuli baju-
23 lirwa. Kale kakano mugyewo bakatonda abagya

abali mumwe, mukyuse omutima gwamwe eri Mukama, Katonda wa Isiraeri. Abantu nebamuga- 24
mba Yosuwa nti Mukama Katonda wafe tunamuwerezanga, nedobozirye tunaliwuliranga. Bwatyo 25
Yosuwa nalagana endagano nabantu ku lunaku olwo, nabatekera eteka nekiragiro mu Sekemu.

Yosuwa nawandika ebigambo ebyo mu kitabo 26
ekyamateka ga Katonda; natwala ejinja edene, nalisimba awo wansi womwera ogwali ku kifo ekitukuvu ekya Mukama. Yosuwa nabagamba 27
abantu bona nti Laba, ejinja lino liribera mujulirwa gyetuli; kubanga liwulide ebigambo byona ebya Mukama byatugambye: kyeririva libera mujulirwa gyetuli, muleme okwegana Katonda wamwe. Awo Yosuwa nasibula abantu, buli 28
muntu agende mu butakabwe.

Awo oluvanyuma lwebyo Yosuwa, omwana wa 29
Nuni, omuwereza wa Mukama, nalyoka afa, ngamaze emyaka kikumi mu kumi. Nebamuzika mu 30
nsalo eyobutakabwe mu Timinasisera, ekiri munsi eyensozi eya Eferaimu, ku luwi olwobukika obwa kono olwolusozi Gaasi. Abaisiraeri nebawereza 31
Mukama enaku zona eza Yosuwa, nenaku zona ezabakade abasigalawo Yosuwa ngamaze okufa, era abamanya emirimu gyona egya Mukama, gyeyakolera Isiraeri. Namagumba ga Yusufu, abana ba 32
Isiraeri gebagya mu Misiri nebaja nago, nebagazika mu Sekemu, mu kitundu ekyensi Yakobo kyeyagula eri batabani ba Kamola kitawe wa Sekemu ebitundu ebya feza kikumi: negaba obusika obwabana ba Yusufu. Ereazala omwana wa Aloni nafa; 33
nebamuzika ku lusozi lwa Finekasi omwanawe, lweyawebwa munsi eyensozi eya Eferaimu.

EKITABO

EKYABALAMUZI.

1

1 Awo Yosuwa bweyamala okufa, abana ba Isira-
eri nebamubuza Mukama nti Ani alisoka okulinya
2 eri Abakanani, okubalwanyisa? Mukama nayogera
nti Yuda yalirinya: laba, ngabude ensi mu muko-
3 nogwe. Yuda nagamba Simeoni mugandawe nti
Ogende nange mu mugabogwange, tulwanyise Aba-
kanani; era nange bwentyo ndigenda nawe mu
4 mugabogwo. Yuda nalinya; Mukama nagabula
Abakanani Nabaperizi mu mukono gwabwe: ne-
5 baba'tiramu mu Bezeka abasaja kakumi. Nebasa-
nga Adonibezeka mu Bezeka: nebamulwanyisa,
6 neba'ta Abakanani Nabaperizi. Naye Adonibezeka
naduka; nebamugoberera, nebamukwata, neba-
musalako engaloze ensaja nebigerebye ebisaja.
7 Adonibezeka nayogera nti Bakabaka ensanvu, aba-
salibwako engalo zabwe ensaja nebigere byabwe
ebisaja, bakung'anyizanga (emere yabwe) wansi
wediro lyange: nga nze bwenakola, ne Katonda
bwampalanye bwatyo. Nebamuleta Eyerusalemi,
nafira eyo.
8 Abana ba Yuda nebalwanyisa Yerusalemi, neba-
kimenya, nebakita nekitala, nebokya ekibuga omu-
9 liro. Awo bwebamala, abana ba Yuda nebasere-
ngeta okulwanyisa Abakanani abatula munsi

eyensozi, ne mu bukika obwadyo, ne munsi eyolusenyi. Ne Yuda nebalumba Abakanani abatula 10
mu Keberoni: [naye erinya lya Keberoni nga ye
Kiriasialaba eda:] neba'ta Sesai, ne Akimani, ne
Talamai. Navayo, nalumba abatula mu Debira. 11
[Nerinya lya Debira nga ye Kiriasisefera eda.]
Kalebu nayogera nti Oyo ali'ta Kiriasisefera naki- 12
menya, ndimuwa Akasa muwala wange okumuwasa. Osinieri, omwana wa Kenazi, muganda wa 13
Kalebu omuto, nakimenya: namuwa Akasa muwalawe okumuwasa. Awo bweyaja (gyali), namu- 14
sabisa kitawe enimiro: nava ku ndogoiye; Kalebu
namugamba nti Oyagala ki? Namugamba nti 15
Mpa omukisa; kubanga wanteka munsi eyobukika obwadyo, era mpa nenzi'zi ezama'zi. Kalebu
namuwa enzi'zi ezengulu nezemanga.

Nabana Abomukeni, mukodomi wa Musa, ne- 16
balinya nga bava mu kibuga ekyenkindu awamu
nabana ba Yuda nebagenda mu lukola lwa Yuda,
oluli ku bukika obwadyo obwa Alada; nebage-
nda nebatula nabantu. Ne Yuda nagenda ne Si- 17
meoni mugandawe, nebakuba Abakanani abatula
mu Zefasi, nebakizikiririza dala. Nerinya lyebibuga lyaitibwa Koloma. Era Yuda namenya Gaza 18
nensalo yakyo, ne Asikeroni nensalo yakyo, ne Ekeroni nensalo yakyo. Era Mukama yali wamu ne 19
Yuda; nagoba (abatula) munsi eyensozi; kubanga
teyainza kugoba abatula mu kiwonvu, kubanga bāli balina amagali agekyuma. Nebamuwa Kalebu 20
Keberoni, nga Musa bweyayogera: nagobera omwo
abana abasatu aba Anaka. Nabana ba Benyami- 21
ni nebatagoba Bayebusi abatula mu Yerusalemi:
naye Abayebusi nebatula nabana ba Benyamini
mu Yerusalemi, ne lero.

Nenyumba ya Yusufu, era nabo nebalinya ne- 22
balumba Beseri. Mukama naba wamu nabo. Ne- 23
nyumba ya Yusufu nebatuma okuke'ta Beseri.
[Erinya lyekibuga lyali Luzi eda.] Nabake'si 24

nebalaba omusaja ngava mu kibuga, nebamugamba nti Tulage, tukwegairide, wetunaingirira mu ki-
25 buga, nafe tunakukola bulungi. Nabalaga webanaingirira mu kibuga, neba'ta ekibuga nekitala;
26 naye nebata omusaja oyo nenyumbaye yona. Omusaja oyo nagenda munsi Eyabakiti, nazimba ekibuga, nakiita erinya lyakyo Luzi: lye linya lyakyo ne lero.
27 Manase natagoba (abatula) mu Besiseani nebyalo byakyo, ne mu Taanaka nebyalo byakyo, newakubade abatula mu Dola nebyalo byakyo, newakubade abatula mu Ibaleamu nebyalo byakyo, newakubade abatula mu Megido nebyalo byakyo: na-
28 ye Abakanani nebagala okutula munsi eyo. Awo olwatuka, Isiraeri bweyafuna amānyi, nebabakoza Abakanani emirimu, nebatabagobera dala.
29 Eferaimu natagoba Bakanani abatula mu Gezera; naye Abakanani nebatula mu Gezera wakati mubo.
30 Zebuluni natagoba abatula mu Kitironi, newakubade abatula mu Nakaloli; naye Abakanani nebatula mubo, nebafuka abokuwanga omusolo.
31 Aseri natagoba abatula mu Ako, newakubade abatula mu Sidoni, newakubade mu Alabu, newakubade mu Akazibu, newakubade mu Kereba, newakubade mu Afika, newakubade mu Lekobu:
32 naye Abaseri nebatula mu Bakanani, be batula munsi: kubanga tebābagoba.
33 Nafutali natagoba abatula mu Besisemesi, newakubade abatula mu Besianasi; naye natula mu Bakanani, be batula munsi: era naye abatula mu Besisemesi ne mu Besianasi nebafuka abokuwanga omusolo.
34 Abamoli nebagobera abana ba Dani munsi eyensozi: kubanga tebabaganya kuserengeta mu ki-
35 wonvu: naye Abamoli bayagala okutula ku lusozi Keresi, mu Ayaloni, ne mu Saalabimu: naye omukono gwenyumba ya Yusufu negusinga, nokufuka

nebafuka abokuwanga omusolo. Nensalo Eya- 36
bamoli yava awayambukirwa Akalabimu, okuva
ku lwazi, nengulu.

2

Ne malaika wa Mukama nava Egirigali naya- 1
mbuka Ebokimu. Nayogera nti Nabalinyisa oku-
va munsi Yemisiri, nembaleta munsi gyenalairira
bajaja bamwe; nenjogera nti Sirireka ndagamo
yange (gyenalagana) namwe: namwe temulagana- 2
nga ndagano nabo abatula munsi muno; mume-
nyemenyenga ebyoto byabwe: naye mwe temu-
wulide dobozi lyange: kiki ekibakoze'za bwemu-
tyo? Nange kyenava njogera nti Siribagoba mu 3
maso gamwe; naye baliba ngamagwa mu mbirizi
zamwe, ne bakatonda babwe baliba kyambika gye-
muli. Awo olwatuka malaika wa Mukama bwe- 4
yabulira ebigambo ebyo abana ba Isiraeri, abantu
nebaimusa edobozi lyabwe, nebakaba amaziga.
Ekifo ekyo nebakituma erinya Bokimu: nebawera 5
eyo sadaka eri Mukama.

Awo Yosuwa bweyamala okusibula abantu, 6
abana ba Isiraeri nebagenda buli muntu mu busi-
kabwe okulya ensi. Abantu nebawerezanga Mu- 7
kama enaku zona eza Yosuwa, nenaku zona ezaba-
kade abawangala okusinga Yosuwa, abalaba omu-
limu gwona ogwa Mukama omunene gweyakolera
Isiraeri. Yosuwa omwana wa Nuni, omudu wa 8
Mukama, nafa, nga yakamaze emyaka kikumi mu
kumi. Nebamuzika mu nsalo yobusikabwe mu 9
Timinasikeresi, munsi ya Eferaimu eyensozi, ku
bukika obwa kono obwolusozi Gaasi. Era nabe- 10
mirembe egyo bona nebakung'anyizibwa eri bajaja
babwe: newabawo emirembe emirala egibadirira,
abatamanya Mukama, newakubade omulimu gwe-
yakolera Isiraeri.

11 Abana ba Isiraeri nebakola ekyali mu maso ga
12 Mukama ekibi, nebawereza Babaali : Mukama ne-
bamuvako, Katonda wa bajaja babwe, eyabagya
munsi Yemisiri, nebagoberera bakatonda abalala,
ku bakatonda abamawanga agabetolola, nebabavu-
13 namira, nebasunguwaza Mukama. Mukama neba-
14 muvako, nebawereza Baali ne Asitalosi. Obusu-
ngu bwa Mukama nebwaka ku Isiraeri, nabagabu-
la mu mikono gyabanyazi ababanyaga, nabatunda
mu mikono gyabalabe babwe okwetolola, nokuinza
nebatainza nate kuimirira mu maso gabalabe ba-
15 bwe. Gyebatabalanga yona, omukono gwa Mu-
kama negubaleteranga akabi, nga Mukama bwe-
yayogera, era nga Mukama bweyabalairira : nebe-
16 ralikirira nyo. Mukama naimusa abalamuzi aba-
17 balokolanga mu mukono gwabo ababanyaga. Naye
nebatawulira balamuzi babwe, kubanga bagenda
nga bayenda nga bagoberera bakatonda abalala,
nebabavunamira : bakyama mangu okuva mu ku-
bo bajaja babwe lyebatambulirangamu, nga bawu-
lira ebiragiro bya Mukama ; bo tebakola bwebatyo.
18 Era Mukama bweyabaimusizanga abalamuzi, Mu-
kama nabanga nomulamuzi, nabalokolanga mu mu-
kono gwabalabe babwe enaku zona ezomulamuzi :
kubanga Mukama neyejusa olwokusinda kwabwe
19 olwabo ababajoga nebaberalikiriza. Naye olwatuka,
omulamuzi bweyamalanga okufa, nebadanga enyu-
ma, nebakola obubi okusinga bajaja babwe, nga
bagoberera bakatonda abalala okubawereza noku-
bavunamira ; tebakendezanga ku bikolwa bya-
20 bwe so tebaleka kubo lyabwe kakanyavu. Obusu-
nga bwa Mukama nebwaka ku Isiraeri : nayoge-
ra nti Kubanga egwanga lino lisobe'za ku ndagano
gyenalagira bajaja babwe, so tebawulide dobozi
21 lyange ; nange okusoka lero kyendiva nema oku-
22 goba mu maso gabwe ku mawanga Yosuwa geya-
fi'sawo bweyafa : ndyoke nkeme Isiraeri olwabo
obanga banakwatanga ekubo lya Mukama okuli-

tambuliramu, nga bajaja babwe bwebalikwata, nantiki siwewawo. Awo Mukama naleka amawanga gali, obutabagoba mangu ; so teyabagabula mu mukono gwa Yosuwa. 23

3

Gano ge mawanga Mukama geyaleka okukema Isiraeri olwabo, bona kubo abatamanya ntalo zona eza Kanani ; kyoka emirembe gyabana ba Isiraeri bamanye, okubaigiriza okulwana, bo abali tebamanyiko nakatono oluberyeberye ; abakungu abatano Ababafirisiti, Nabakanani bona, Nabasidoni, Nabakivi abātulanga ku lusozi Lebanoni, okuva ku lusozi Baalikeremoni okutusa awaingirirwa mu Kamasi. Era bali ba kukema Isiraeri, okumanya obanga bagenda okuwulira ebiragiro bya Mukama, byeyalagira bajaja babwe kubwa Musa. Abana ba Isiraeri nebatula mu Bakanani ; Omukiti, Nomwamoli, Nomuperizi, Nomukivi, Nomuyebusi : nebawasa abawala babwe okuba abakazi babwe, nebawa abawala babwe bo eri batabani babwe, nebawereza bakatonda babwe. 1 2 3 4 5 6

Abana ba Isiraeri nebakola ekyali mu maso ga Mukama ekibi, neberabira Mukama Katonda wabwe, nebawerezanga Babaali ne Basera. Obusungu bwa Mukama kyebwava bwaka ku Isiraeri, nabatunda mu mukono gwa Kusanirisasaimu kabaka Wemesopotamiya : abana ba Isiraeri nebawerereza Kusanirisasaimu emyaka munana. Awo abana ba Isiraeri bwebakabira Mukama, Mukama nabaimusiza omulokozi abana ba Isiraeri, eyabalokola, ye Osinieri mutabani wa Kenazi, ye mwana wabo owa Kalebu. Omwoyo gwa Mukama negumujira, nalamula Isiraeri ; nagenda okutabala, Mukama nagabula Kusanirisasaimu kabaka Wemesopotamiya mu mukonogwe : omukono- 7 8 9 10 11

gwe neguwangula Kusanirisasaimu. Ensi newumulira emyaka ana. Osinieri mutabani wa Kenazi nafa.

12 Awo abana ba Isiraeri nebeyongera nate okukola ekyali mu maso ga Mukama ekibi: Mukama namuwa Egeroni kabaka wa Moabu amanyi okulwana ne Isiraeri, kubanga bali bakoze ekyali mu
13 maso ga Mukama ekibi. Neyekung'anyiza abana ba Amoni ne Amaleka; nagenda nakuba Isi-
14 raeri, nebalya ekibuga ekyenkindu. Abana ba Isiraeri nebawerereza Egeroni kabaka wa Moabu
15 emyaka kumi nomunana. Naye abana ba Isiraeri bwebakabira Mukama, Mukama nabaimusiza omulokozi, Ekuda mutabani wa Gera, Omubenyamini, eyali owa kono: abana ba Isiraeri nebamukwasa ekirabo akitwalire Egeroni kabaka wa
16 Moabu. Ekuda neyeweseza ekitala ekyobwogi obubiri, obuwanvu bwakyo omukono gumu; nakyesiba ku kisambikye ekyadyo munda mu
17 ngoyeze. Namuwa Egeroni kabaka wa Moabu
18 ekirabo: Egeroni yali musaja munene nyo. Awo bweyamala okuwa ekirabo, nasindika abantu
19 abali betise ekirabo. Naye ye nyini nadayo ngakoma ku mainja agali okumpi Negirigali, nayogera nti Ntumidwa ebigambo ebyekyama eri gwe, kabaka. Nayogera nti Musirike. Bona abali
20 baimiride naye nebafuluma nebamuleka. Ekuda naja gyali; yali atude omu yeka mu njuye eya wagulu eyokuwolawoleramu. Ekuda nayogera nti Nina ebigambo ebiva eri Katonda gyoli. Nai-
21 muka ku ntebeye. Ekuda nagolola omukonogwe ogwa kono, nagya ekitala ku kisambi ekyadyo,
22 namufumita olubuto: nekiti nakyo nekibuliramu; amasavu negazibikira ekitala wekiingiride, kubanga teyasowola kitala mu lubutolwe, nekivi-
23 ramu nyuma. Awo Ekuda nafuluma nagenda mu kisasi, namugalirawo enzigi zenju eya wagulu,
24 nazisiba. Awo bweyamala okufuluma, abadube

nebaja; nebalaba, era, laba, enzigi zenju eya wagulu nga zisibidwa; nebogera nti Ali ng'anga abi'se ku bigerebye munjuye eyokuwolawoleramu. Nebalindirira okutusa ensonyi lwezabakwata: era, laba, nga tagulawo nzigi za nju eya wagulu; awo nebadira ekisumuluzo, nebazigulawo: era, laba, mukama wabwe ngagude wansi afude. Ekuda nawona nga bakyalindirira, naita ku mainja, nawona natuka Eseira. Awo olwatuka, bwe- yatuka nafuwa ekondere munsi ya Eferaimu eyensozi, abana ba Isiraeri nebaserengetera wamu naye okuva munsi eyensozi, naye ngabakulembera. Nabagamba nti Mungoberere: kubanga Mukama agabude abalabe bamwe Abamoabu mu mukono gwamwe. Nebamugoberera nebaserengeta, nebekwata emisomoko gya Yolidani nga balwana Nabamoabu, nebataganya muntu kusomoka. Neba'ta ku Moabu mu biro ebyo abasaja nga kakumi, buli muntu wa manyi, na buli muntu muzira; so tekwawonako muntu. Awo Moabu najemulwa ku lunaku olwo nomukono gwa Isiraeri. Ensi newumulira emyaka kinana. Samagali mutabani wa Anasi nadirira oyo, na'ta ku Bafirisiti abasaja lukaga nomuwunda ogusoya ente: era naye nalokola Isiraeri.

25 26 27 28 29 30 31

4

ABANA ba Isiraeri nebeyongera nate okukola ekyali mu maso ga Mukama ekibi, Ekuda bweyamala okufa. Mukama nabatunda mu mukono gwa Yabini kabaka wa Kavani, eyafugira mu Kazola; omugabe wegyerye Sisera, eyatula mu Kalosesi ekyabamawanga. Abana ba Isiraeri nebakabira Mukama: kubanga yali alina amagali agekyuma lwenda; najogera nyo abana ba Isiraeri emyaka abiri.

1 2 3

4 Era Debola, nabi, omukazi wa Lapidosi, ye
5 yalamulanga Isiraeri mu biro ebyo. Era yatu-
langa wansi wolukindu lwa Debola wakati
Werama Nebeseri munsi ya Eferaimu eye-
nsozi: abana ba Isiraeri nebambukanga gyali oku-
6 basaliranga emisango. Natuma naita Balaka,
mutabani wa Abinoamu ave mu Kedesinafutali,
namugamba nti Mukama, Katonda wa Isiraeri,
talagide nti Genda mukung'anire eri olusozi
Tabola, otwale nawe abasaja kakumi ku bana ba
7 Nafutali ne ku bana ba Zebuluni? Nange ndi-
walulira gyoli eri omuga Kisoni Sisera omugabe
wegye lya Yabini, namagalige nekibinakye; nange
8 ndimugabula mu mukonogwo. Balaka namu-
gamba nti Gwe bwoligenda nange, kale ndigenda:
9 naye bwotoligenda nange gwe, sirigenda. Naga-
mba nti Mazima ndigenda nawe: naye olugendo
lwogenda teruliba lwa kitibwakyo; kubanga Mu-
kama alitunda Sisera mu mukono gwomukazi.
Debola nagolokoka, nagenda ne Balaka Ekedesi.
10 Balaka naita Zebuluni ne Nafutali bakung'anire
Ekedesi; nebayambukayo abasaja kakumi nga
balinya mu bigerebye: Debola nayambukira
11 wamu naye. Era Kebera Omukeni yali ayawu-
kanye Nabakeni, be bana ba Kobabu mukodomi
wa Musa, nazimba ewemaye awali omwera mu
12 Zaananimu ekiri okumpi Nekedesi. Nebabulira
Sisera nga Balaka mutabani wa Abinoamu alinye
13 ku lusozi Tabola. Sisera nakung'anya amagalige
gona, amagali agekyuma lwenda, nabantu bona
abali naye, okuva ku Kalosesi ekyabamawanga
14 okutusa ku muga Kisoni. Debola nagamba Ba-
laka nti Golokoka; kubanga lero Mukama lwa-
gabude Sisera mu mukonogwo: Mukama taku-
kulembede okutabala? Awo Balaka nava ku
lusozi Tabola, abasaja kakumi nebamugoberera.
15 Mukama nafufugaza Sisera namagalige gona ne-
gyerye lyona nobwogi bwekitala mu maso ga

Balaka; Sisera nava mu galirye, naduka nebigere.
Naye Balaka nagoberera amagali negye oku- 16
tuka Ekalosesi ekyabamawanga: negye lya Sisera
lyona obwogi bwekitala nebulimalawo; tewasigala
muntu.
Naye Sisera naduka nebigere natuka mu wema 17
ya Yaeri mukazi wa Kebera Omukeni: kubanga
Yabini kabaka wa Kazola nenyumba ya Kebera
Omukeni bāli balina emirembe. Yaeri nafuluma 18
okusisinkana Sisera, namugamba nti Kyama, mu-
kama wange, oingire ewange; totya. Nakyama
naingira ewuwe mu wema namubikako ekikunta.
Namugamba nti Nkwegairide, mpa otu'zi nywe; 19
kubanga enyonta enuma. Nasumulula ediba
eryamata, namunywesa, namubikako. Namuga- 20
mba nti Imirira mu mulyango gwewema, awo olu-
natuka, omuntu yena bwanaja nakubuza nayo-
gera nti Omusaja yena ali muno? nawe onoyogera
nti Neda. Awo Yaeri mukazi wa Kebera nadira 21
enkondo yewema, nadira enyondo mu mukonogwe,
namusemberera ngasoba, namukomerera enkondo
mu kyenyi, neitamu nekwata netaka; kubanga
yali yebase otulo tungi; nazirika nafa. Era, laba, 22
Balaka ngagoberera Sisera, Yaeri nafuluma oku-
musisinkana, namugamba nti Jangu, nange naku-
laga omusaja gwononya. Naja gyali; era, laba,
Sisera yali agalamide afude, nenkondo ngeri mu
kyenyikye. Bwatyo Katonda najemula ku lu- 23
naku olwo Yabini kabaka wa Kanani mu maso
gabana ba Isiraeri. Omukono gwabana ba Isiraeri 24
negweyongerayongera okuwangula Yabini ka-
baka wa Kanani, okutusa lwebamala okuzikiriza
Yabini kabaka wa Kanani.

5

1 Debola ne Balaka mutabani wa Abinoamu nebalyoka baimba ku lunaku olwo nti

2 Kubanga abakulembeze bakulembera mu Isiraeri,
Kubanga abantu begabula boka nga bagala,
Mumwebaze Mukama.

3 Muwulire, mwe bakabaka; mutege amatu, mwe abalangira;
Nze, nze, naimbira Mukama;
Naimba okutendereza Mukama, Katonda wa Isiraeri.

4 Mukama, bwewafuluma mu Seira,
Bwewava mu nimiro ya Edomu okutabala,
Ensi nekankana, era negulu neritonya,
Wewawo, ebire nebitonya ama'zi.

5 Ensozi nezikulukutira mu maso ga Mukama,
Wewawo, era ne Sinai oli mu maso ga Mukama, Katonda wa Isiraeri.

6 Mu mirembe gya Samagali mutabani wa Anasi,
Mu mirembe gya Yaeri, engudo tezalimu bantu,
Abatambuze nebatambuliranga mu mpenda.

7 Abafuga bagwawo mu Isiraeri, bagwawo,
Okutusa nze Debola lwenabawo,
Lwenabawo nze omukade mu Isiraeri.

8 Balonda bakatonda abagya;
Entalo neziryoka zibera mu miryango:
Walabika engabo oba kitala
Mu basaja bukumi buna mu Isiraeri?

9 Omutima gwange gubalowoza abafuga Isiraeri,
Abegabula boka nga bagala mu bantu:
Mumwebaze Mukama.

10 Mukyogereko, mwe abebagala ku ndogoi enjeru,

Mwe abatula ku mikeka emidalize,
Namwe abatambula mu kubo.
Edobozi lyabo abalasa obusale nga libali wala, 11
mu bifo mwebaseneranga ama'zi,
Eyo gyebalyatulira ebikolwa bya Mukama
ebyobutukirivu,
Ebikolwabye ebyobutukirivu ngafugira mu
Isiraeri.
Abantu ba Mukama nebalyoka baserengeta
nebagenda ku miryango.
Zukuka, zukuka, Debola; 12
Zukuka, zukuka, yatula oluimba:
Golokoka, Balaka, oise obusibebwo nga busi-
bidwa, gwe mutabani wa Abinoamu.
Nebalyoka baseregeta ekitundu kyabakungu 13
nekyabantu ekyafi'kawo;
Mukama yanserengetera okulwana nabamanyi.
Mu Eferaimu (nemuva) abo abalina ekikolo 14
kyabwe mu Amaleka;
Nga bakugoberera gwe, Benyamini, mu bika-
byo;
Mu Makira (nemuva) abafuga nebaserengeta,
Ne mu Zebuluni abo abakwata omugo gwoyo
asimba enyiriri.
Nabalangira ba Isakali bali wamu ne Debola; 15
Nga Isakali bweyali, ne Balaka bweyali
bwatyo;
Bāfubutuka mu kiwonvu (nga balinya) mu
bigerebye.
Awali enzi'zi za Leubeni
Wābawo okutesa kwemitima okukulu.
Kiki ekyakutūza mu bisibobyo ebyendiga, 16
Okuwulira endere zebafuira ebisibo?
Awali enzi'zi za Leubeni
Wābawo okutesa kwemitima okukulu.
Gireada yabera emitala wa Yolidani: 17
Ne Dani ekyamusigaza mu mato kiki?
Aseri natula ngasirika ku mwalo gwenyanja,

Nabera awali ebikonobye.
18 Zebuluni be bantu abagabula obulamu bwabwe okutusa okufa,
Ne Nafutali, mu bifo ebigulumivu ebyolutalo.
19 Bakabaka baja nebalwana;
Awo nga lwebalwana bakabaka ba Kanani,
Mu Taanaka ku ma'zi ga Megido:
Tebagoba magoba ga bintu.
20 Abomugulu balwana,
Emunyenye mu ng'endo zazo zalwana ne Sisera.
21 Omuga Kisoni gwabatwalira dala,
Omuga ogwo ogweda, omuga Kisoni.
Gwe obulamu bwange, tambula namanyi.
22 Ebinulo byembalasi nebiryoka bisambirira
Olwokubuka olwokubuka (kwensolo) zabwe ezamanyi.
23 Mukolimire Merozi, bwayogera malaika wa Mukama,
Mukolimire nyo abatula omwo;
Kubanga tebadukirira Mukama,
Tebadukirira Mukama awali abamanyi.
24 Aliba nomukisa Yaeri okusinga abakazi,
Mukazi wa Kebera Omukeni.
Aliba nomukisa okusinga abakazi mu wema.
25 Yasaba ama'zi, namuwa amata;
Namuletera omuzigo mu kibya ekyekikungu.
26 Yakwasa omukono enkondo,
(Yakwasa) omukonogwe ogwadyo enyondo eyomukozi;
Nakubya Sisera enyondo, yakomerera omutwe,
Wewawo, yamufumita ekyenyi namuisamu.
27 Ku bigerebye nakutama nagwa nagalamira:
Ku bigerebye nakutama nagwa:
Weyakutamira weyagwira dala afude.
28 Mu kituli yatunulira nayogerera wagulu,
Nyina Sisera (yayogerera wagulu) mu kituli

Nti Ekirwisi'za egalirye okuja kiki?
Ebisinde byegalirye ekibirabiriza kiki?
Abakyalabe abamagezi nebamudamu, 29
Wewawo, neyedamu yeka
Nti Tebalabye munyago, tebagugerese? 30
Buli musaja omuwala, abawala babiri;
Sisera omunyago ogwamabala amangi,
Omunyago ogwamabala amangi amadalize,
Amabala amangi amadalize eruwi neruwi, ku nsingo zomunyago?
Bwebatyo bazikirirenga abalabebo bona, ai 31
Mukama:
Naye abo bona abamwagala babe ngenjuba bwevayo mu manyi gayo.
Ensi newumulira emyaka amakumi ana.

6

Abana ba Isiraeri nebakola ekyali mu maso ga 1
Mukama ekibi: Mukama nabagabula mu mukono
gwa Midiani emyaka musanvu. Omukono gwa 2
Midiani neguwangula Isiraeri: era olwa Midiani
abana ba Isiraeri kyebava bekolera obuyu obuli
ku nsozi nempuku nebigo. Awo olwatuka Isira- 3
eri bweyamalanga okusiga, Abamidiani nebaya-
mbukanga Nabamaleka nabana abobuvanjuba;
babayambukirako; nebasisira ewabwe, nebaziki- 4
riza ebibala byetaka, okutusa wotuka Egaza, so
tebaleka kya kulya mu Isiraeri, newakubade
endiga, newakubade ente, newakubabade endogoi.
Kubanga bayambukira wamu nente zabwe newe- 5
ma zabwe, baingiranga ngenzige okuba abangi; bo-
era neng'amira zabwe tebyabalikika: nebaingira
munsi okugizikiriza. Isiraeri najezebwa nyo olwa 6
Midiani; abana ba Isiraeri nebakabira Mukama.
Awo olwatuka, abana ba Isiraeri bwebakabira 7
Mukama olwa Midiani, Mukama natuma nabi eri

8 abana ba Isiraeri: nabagamba nti Bwatyo bwayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Nabagya
mu Misiri nembalinyisa, era nabagya mu nyumba
9 yobudu; era nabawonya mu mukono Gwabamisiri,
ne mu mukono gwabo bona ababajoga, nembagoba mu maso gamwe, nembawa ensi yabwe;
10 nembagamba nti Nze ndi Mukama Katonda wamwe; temutyanga bakatonda ba Bamoli, bemutulira munsi yabwe: naye temuwulide dobozi lyange.
11 Malaika wa Mukama naja, natula wansi womwera ogwali mu Ofera, kye kyali ekya Yoasi
Omwabiezera: ne mutabaniwe Gideoni yali awula
12 eng'ano mu sogolero agikise Abamidiani. Malaika wa Mukama namulabikira, namugamba
nti Mukama ali wamu nawe, gwe omusaja owa-
13 manyi omuzira. Gideoni namugamba nti Ai mukama wange, obanga Mukama ali wamu nafe, kale
ekitubese'zako ebyo byona kiki? era ebikolwabye byona ebyekitalo birirudawa bajaja bafe byebatubulirako, nti Mukama teyatugya mu Misiri?
naye kakano Mukama atusude, atugabude mu
14 mukono gwa Midiani. Mukama namutunulira
nayogera nti Genda namanyigo gano, olokole
Isiraeri mu mukono gwa Midiani: si nze nku-
15 tumye? Namugamba nti Ai Mukama wange,
Isiraeri ndimulokolera ku ki? laba, baganda bange
be basinga okuba abavu mu Manase, nange ndi
16 muto mu nyumba ya kitange. Mukama namugamba nti Mazima ndibera wamu nawe, era oli-
17 kuba Abamidiani ngomuntu omu. Namugamba
nti Obanga kakano ndabye ekisa mu masogo,
kale ndaga akabonero nga gwe wuyo ayogera nange.
18 Tova wano, nkwegairide, okutusa lwenaja gyoli,
nenfulumya ekirabo kyange, nenkiteka mu masogo.
19 Nayogera nti Nabera wano okutusa lwonokomawo. Gideoni naingira, natekateka omwana wembuzi, nemigati egitazimbulukuswa ne efa eyo-

buta: enyama nagiteka mu kibo, nama'zi gayo nagafuka mu kibya, nabimuletera wansi womwera, nabimuwa. Malaika wa Mukama namu- 20
gamba nti Dira enyama nemigati egitazimbulukuswa obiteke ku jinja lino, ofuke ama'zi genyama. Nakola bwatyo. Awo malaika wa Mukama nago- 21
lola ekikolo kyomugo ogwali mu mukonogwe, nakoma ku nyama ne ku migati egitazimbulukuswa; omuliro neguva mu jinja negulinya, negumalawo enyama nemigati egitazimbulukuswa; malaika wa Mukama neyegendera nava mu masoge. Gideoni nalaba nga ye malaika wa Mu- 22
kama; Gideoni nayogera nti Zinsanze, ai Mukama Katonda, kubanga ndabaganye namaso ne malaika wa Mukama. Mukama namugamba nti Emi- 23
rembe gibe gyoli; totya: togenda kufa. Gideoni 24
nalyoka azimbira eyo ekyoto eri Mukama, nakituma Yakuwasalumu: okutusa lero kikyali mu Ofera Ekyababiezera.

Awo olwatuka mu kiro ekyo Mukama namu- 25
gamba nti Dira ente ya kitawo, ye nte eyokubiri eyakamaze emyaka omusanvu, osule ekyoto kya Baali kitawo kyalina, otemeteme ne Asera akiri okumpi: ozimbe ekyoto eri Mu- 26
kama Katondawo wagulu ku kigo kino, ngempisa bweyalagirwa, odire ente eyo eyokubiri, oweyo ekiwebwayo ekyokebwa nomuti gwa Asera gwonotematema. Awo Gideoni natwala abasaja 27
kumi ku badube, nakola nga Mukama bwamulagide: awo olwatuka, kubanga yali atide abenyumba ya kitawe nabasaja abomukibuga, natainza kukola bwatyo emisana, kyeyava akola ekiro. Abasaja abomukibuga bwebagolokoka enkya mu 28
makya, laba, ekyoto kya Baali nga kimenyesemenyese, ne Asera akibade okumpi ngatemedwatemedwa, nente eyo eyokubiri ngeweredwayo ku kyoto ekizimbidwa. Nebagambagana nti Ani 29
akoze kino? Awo bwebabuza nebakemereza, ne-

bogera nti Gideoni mutabani wa Yoasi yakoze
30 kino. Awo abasaja abomukibuga nebagamba
Yoasi nti Fulumya mutabaniwo afe: kubanga
amenyemenye ekyoto kya Baali, era kubanga
31 atemyetemye Asera akibade okumpi. Yoasi
nagamba bona abamuimiride mu masoge nti
Mwagala okuwolereza Baali? oba mwagala oku-
mulokola? ayagala okumuwolereza, bamu'te nga
(bukyali) bwa nkya: obanga ye katonda, yewo-
32 lereze, kubanga bamenyemenye ekyotokye. Ku
lunaku olwo kyeyava amutuma Yeru'baali, ngayo-
gera nti Baali amuwawabire kubanga amenye-
menye ekyotokye.
33 Awo Abamidiani bona Nabamaleka nabana
abobuvanjuba nebakung'ana wamu; nebasomoka,
34 nebasisira mu kiwonvu Ekyeyezereeri. Naye
omwoyo gwa Mukama neguja ku Gideoni; na-
fuwa ekondere; Abiezera nakung'ana wamu gyali.
35 Natuma ababaka okubuna Manase yena; era nabo
nebakung'anira wamu gyali: natuma ababaka eri
Aseri neri Zebuluni neri Nafutali; nebayambuka
36 okubasisinkana. Gideoni nagamba Katonda nti
Obanga olirokola Isiraeri nomukono gwange, nga
37 bwewayogera, laba, nateka ebyoya byendiga mu
guliro; obanga omusulo gunaba ku byoya byoka,
etaka lyona nga kalu, nendyoka manya ngolirokola Isiraeri nomukono gwange, nga bwewayo-
38 gera. Awo bwekyali bwekityo: kubanga nagolokoka enkya mu makya, nakamula ebyoya, omusulo nagumalamu mu byoya, amaz'i negajula eki-
39 bya. Gideoni nagamba Katonda nti Obusungubwo buleme okunjakirako, era nayogera omulundi guno gwoka: nkwegairide, nkeme nebyoya omulundi guno gwoka; kakano ebyoya byoka
40 bibere bikalu, omusulo gube ku taka lyona. Katonda nakola bwatyo ekiro ekyo: kubanga ebyoya byoka bye byali ebikalu, omusulo neguba ku taka lyona.

7

Awo Yeru'baali, ye Gideoni, nabantu bona 1
abali naye, nebagolokoka mu makya, nebasisira
ku lu'zi Kaloda: nolusisira lwa Midiani lwali
ku luwi lwabwe olwobukika obwa kono, ku
mabali golusozi Mole, mu kiwonvu.

Mukama nagamba Gideoni nti Abantu abali 2
nawe bainze obungi nze okuwa Abamidiani mu mu-
kono gwabwe, Isiraeri aleme okunenyumiririzako
ngayogera nti Omukono gwange nze gwe gundo-
kode. Kale no kakano genda olangire mu matu 3
gabantu nti Buli atya akankana adeyo ave ku
lusozi Gireada. Newadayo ku bantu bukumi
bubiri mwenkumi biri; newasigalawo kakumi.

Mukama nagamba Gideoni nti Abantu bakya- 4
inze obungi; baserengese ku ma'zi, nange nabaku-
kemerera eyo: awo olunatuka oyo gwenaku-
gamba nti Ono anagenda nawe, yanagenda nawe;
era buli gwenakugamba nti Ono tagende nawe,
yatagende nawe. Awo naserengesa abantu ku 5
ma'zi: Mukama nagamba Gideoni nti Buli ana-
komba ku ma'zi nolulimi, ngembwa bwekomba,
oyo gwonoyawulamu; era bwatyo buli anafu-
kamira ku mavivige okunywa. Nomuwendo 6
gwabo abakomba nolulimi, nga batade engalo ku
mumwa, bali abasaja ebikumi bisatu: naye aba-
ntu abalala bona nebafukamira ku mavivi gabwe
okunywa ama'zi. Mukama nagamba Gideoni nti 7
Nabalokola nabasaja ebikumi bisatu abakombye
nolulimi, nengabula Abamidiani mu mukonogwo:
era abantu bona begendere buli muntu mu kifo-
kye. Awo abantu nebatwala ebyokulya mu ngalo 8
zabwe, namakondere: nasindika abasaja bona aba
Isiraeri buli muntu mu wemaye, naye nabera na-
basaja abo ebikumi bisatu: nolusisira lwa Midi-
ani lwali wansiwe mu kiwonvu.

9 Awo olwatuka ekiro ekyo Mukama namuga-
mba nti Golokoka, oserengete mu lusisira ; kuba-
10 nga ndugabude mu mukonogwo. Naye obanga
otya okuserengeta, genda ne Pula omuduwo ose-
11 rengete mu lusisira : era onowulira byebogera ;
emikonogyo negiryoka giba namanyi okuserengeta
mu lusisira. Awo naserengeta ne Pula omuduwe
nebaingira mu basaja abalina ebyokulwanyisa
12 abali mu lusisira ku nkomerero yalwo. Naba-
midiani Nabamaleka nabana bona abobuvanjuba
bali batekedwatekedwa mu kiwonvu ngenzige
okuba abangi ; neng'amira zabwe tezabalikika,
ngomusenyu oguli ku tale lyenyanja okuba enyi-
13 ngi. Awo Gideoni bweyatuka, laba, nga waliwo
omusaja abulira mune ekiroto nayogera nti Laba,
nalota ekiroto, era, laba, omugati ogwa sairi negu-
gwa mu lusisira lwa Midiani, neguingira mu we-
ma, negugikuba negwa, negugivunika, ewema ne-
14 galamira bugalamizi. Mune nadamu nayogera
nti Ekyo kitala kya Gideoni mutabani wa Yoasi
omusaja wa Isiraeri so si kirala : mu mukono
gwoyo Katonda mwagabude Midiani negye lyona.
15 Awo olwatuka Gideoni bweyamuwulira ngabuli-
ra ekiroto nokutegeza kwakyo, nasinza ; nadayo mu
lusisira lwa Isiraeri nayogera nti Mugolokoke ;
kubanga Mukama agabude mu mukono gwamwe
16 egye lya Midiani. Nayawulamu abasaja bali ebi-
kumi bisatu nabafula ebisinde bisatu, nabakwasa
bona amakondere mu ngalo zabwe, nensuwa enka-
17 lu ebitawuliro nga biri mu nsuwa. Nabagamba
nti Mulabire kunze, namwe mukole bwemutyo :
era, laba, bwenatuka ku nkomerero yolusisira,
awo nze nga bwenakola, namwe munakola bwe-
18 mutyo. Nze bwenafuwa ekondere, nze ne bona
abali nange, namwe nemulyoka mufuwa amako-
ndere, ku njuwi zona ezolusisira lwona nemwo-
gera nti Ba Mukama era ba Gideoni.
19 Awo Gideoni nabasaja kikumi abali naye ne-

batuka ku nkomerero yolusisira ekisisimuka ekya wakati nga kyekije kitanule, nga kyebaje basewo abakumi: nebafuwa amakondere, nebāsa ensuwa ezali mu ngalo zabwe. Ebibina ebisatu nebafu- 20
wa amakondere, nebāsa ensuwa, nga bakute ebitawuliro nemikono gyabwe egya kono, namakondere nemikono gyabwe egyadyo bafuwe: nebogerera wagulu nti Ekitala kya Mukama era kya Gideoni. Nebaimirira buli muntu mu kifokye nga 21
betolola olusisira: egye lyona neriduka; nebogerera wagulu, nebabadusa. Nebafuwa amako- 22
ndere ebikumi bisatu, Mukama nalwanyisa buli muntu ekitalakye okufumita mune era negye lyona: egye neriduka okutuka ku Besisi'ta mu kubo Lyezerera, okutuka ku nsalo ya Aberimekola ku mabali Geta'basi. Abasaja ba Isiraeri 23
nebakunganyizibwa okuva mu Nafutali ne mu Aseri ne mu Manase yona, nebagoberera Midiani. Gideoni natuma ababaka okubuna ensi yona eya 24
Eferaimu eyensozi nga bogera nti Muje muserengete ku Midiani, mubasoke okwekata ama'zi okutuka ku Besibala, ye Yolidani. Awo abasaja bona aba Eferaimu nebakung'anyizibwa, nebekwata ama'zi okutuka ku Besibala, ye Yolidani. Nebakwata abalangira ba Midiani bombi, Ole- 25
bu ne Zeebu; neba'tira Olebu ku jinja lya Olebu, ne Zeebu nebamu'tira ku sogolero lya Zeebu, nebagoberera Midiani: nebamuletera Gideoni emitwe gya Olebu ne Zeebu emitala wa Yolidani.

8

Abasaja ba Eferaimu nebamugamba nti Kiki 1
ekikukoze'za fe bwotyo, obutatuita bwewagenda okulwana ne Midiani? Nebayomba nyo naye. Nabagamba nti Nze kyenkoze kakano kiki oku- 2
kyenkanyankanya namwe? Ezabibu Eferaimu zakungude ngadamu tezisinga ezo obungi Abiezera

3 zakungude? Katonda agabude mu mukono gwa-
mwe abalangira ba Midiani, Olebu ne Zeebu:
era nze nainza kukola ki okukyenkanyankanya
namwe? Awo obusungu bwabwe nebulyoka bu-
4 kakana gyali, bweyamala okwogera bwatyo. Gi-
deoni natuka ku Yolidani, nasomoka, ye nabasaja
ebikumi bisatu abali naye, nga bakoye, era naye
5 nga bakyagoberera. Nagamba abasaja abomu Su-
kosi nti Mbegairide, bawe emigati abantu aba-
ngoberera; kubanga bakoye, era ngoberera Zeba
6 ne Zalamuna, bakabaka ba Midiani. Abalangira
Besukosi nebogera nti Ebibatu bya Zeba ne Zala-
mu'na biri mu mukonogwo kakano, fe okuwa
7 egyeryo emigati? Gideoni nayogera nti Kale
Mukama bwalimala okugabula Zeba ne Zalamu'na
mu mukono gwange, nendyoka nsika omubiri
gwamwe namagwa agomunsiko nemyeramanyo.
8 Navayo nayambuka Epenueri, nabagamba bwa-
tyo: abasaja abomu Penueri nebamudamu nga-
9 basaja abomu Su'kosi bwebadamu. Nagamba
abasaja abomu Penueri nabo nti Bwendikomawo
emirembe, ndimenyamenya ekigo kino.
10 Era Zeba ne Zalamu'na bali mu Kalakoli, negye
lyabwe awamu nabo, abasaja nga kakumi mwe-
nkumi tano, bona abafi'kawo kugye lyona erya-
bana bobuvanjuba: kubanga abasaja abasowola-
nga ebitala bali bafude kasirivu mwobukumi bu-
11 biri. Gideoni nayambukira mu kubo lyabo aba-
tula mu wema ku luwi olwebuvanjuba Olwenoba
Neyogebeka, nakuba egye: kubanga egye lyali
12 terimanyiride. Zeba ne Zalamu'na nebaduka;
nabagoberera; nakwata bakabaka ba Midiani
bombi, Zeba ne Zalamu'na, natisa egye lyona.
13 Gideoni mutabani wa Yoasi nakomawo mu ntalo
14 awayambukirwa mu Keresi. Nakwata omuvu-
buka ku basaja abomu Su'kosi, namubuliriza:
namutegeza abalangira Besu'kosi bwebafanana na-
15 bakade bayo, abasaja nsanvu mu musanvu. Naja

eri abasaja abomu Sukosi, nayogera nti Mulabe Zeba ne Zalamu'na, kwemwaima okundulira nga mwogera nti Ebibatu bya Zeba ne Zalamu'na biri mu mukonogwo kakano, fe okubawa emigati abasajabo abakoye? Natwala abakade abekibuga, 16 (nadira) amagwa agomunsiko nemyeramanyo, naigiriza nabyo abasaja abomu Sukosi. Namenya- 17 menya ekigo Ekyepenueri, na'ta abasaja abomukibuga. Awo nalyoka agamba Zeba ne Zalamu- 18 'na nti Abasaja bemwa'tira Etabola bali bafanana batya? Nebadamu nti Gwe nga bwoli nabo bwebali; buli omu yafanana abana ba kabaka. Nayogera nti Bāli baganda bange, abana ba ma- 19 nge: nga Mukama bwali omulamu, singa mwabawonya obutafa, sandiba'se mwe. Nagamba Ye- 20 sera omuberyeberyewe nti Golokoka oba'te. Naye omuvubuka oyo natasowola kitalakye: kubanga yatya, kubanga yali akyali muvubuka. Zeba ne 21 Zalamu'na nebalyoka bogera nti Golokoka gwe otugweko: kubanga omusaja nga bwali, namanyige bwegali bwegatyo. Gideoni nagolokoka na'ta Zeba ne Zalamu'na, natwala emyezi egyali ku nsingo zeng'amira zabwe.

Abasaja ba Isiraeri nebalyoka bagamba Gideoni 22 nti Tufuge gwe ne mutabaniwo era nomwana wa mutabaniwo: kubanga otulokode mu mukono gwa Midiani. Gideoni nabagamba nti Nze sige- 23 nda kubafuga, so ne mutabani wange tagenda kubafuga: Mukama yanabafuganga. Gideoni na- 24 bagamba nti Mbade njagala okubasaba, mumpe buli muntu empeta ezomumatu zeyanyaga. [Kubanga bāli balina empeta ezomumatu eza zabu, kubanga Baisimaeri.] Nebadamu nti Tunaziwa, si 25 lwa mpaka. Nebālirawo ekyambalo, nebasulako buli muntu empeta ezomumatu zeyanyaga. No- 26 buzito bwempeta ezomumatu eza zabu zeyasaba bwali sekeri za zabu lukumi mu lusanvu; obutasako myezi, na bya kulengeja, na byambalo bya

fulungu bakabaka ba Midiani byebali bambade,
era obutasako mikufu egyali mu nsingo zeng'ami-
27 ra zabwe. Gideoni nabikoza ekanzu, nagiteka
mu kibugakye, mu Ofera: ne Isiraeri yena neba-
genda nebagigoberera eyo okwenda nayo: nefuka
28 kyambika eri Gideoni neri enyumbaye. Awo
Midiani najemulwa abana ba Isiraeri, so tebai-
musa nate mitwe gyabwe. Ensi newumulira
emyaka ana mu mirembe gya Gideoni.
29 Yeru'baali mutabani wa Yoasi nagenda nabera
30 mu nyumbaye ye. Era Gideoni yalina batabа-
nibe beyazala abava mu ntumbweze nsanvu: ku-
31 banga yawasa abakazi bangi. Nomuzanawe eyali
mu Sekemu naye yamuzalira omwana wa bulenzi,
32 namutuma erinya Abimereka. Gideoni mutabani
wa Yoasi nafa ngamaze okukadiwa obulungi, ne-
bamuzika mu ntana ya Yoasi kitawe, mu Ofera
Ekyababiezera.
33 Awo olwatuka Gideoni bweyamala okufa ama-
ngwago abana ba Isiraeri nebakyuka nate, neba-
genda bayenda okugoberera Babaali, nebafula
34 Baaliberisi katonda wabwe. Abana ba Isiraeri
nebatajukira Mukama Katonda wabwe, eyaba-
35 wonya mu mukono gwabalabe babwe bona ku
njuwi zona: so tebakola bya kisa nyumba ya
Yeru'baali, ye Gideoni, ngobulungi bwona bwe-
bwali bweyakola eri Isiraeri.

9

1 Abimereka mutabani wa Yeru'baali nagenda
Esekemu eri baganda ba nyina, nayogera nabo ne
baganda bona abenyumba ya kitawe wa nyina nti
2 Mbegairide, mwogere mu matu gabasaja bona
Abesekemu nti Ekisinga obulungi gyemuli kiriwa
batabani bona aba Yeru'baali, be bantu ensanvu,
okubafuganga, nantiki omu okubafuganga? era

mujukire nga nze ndi wa ku magumba gamwe nomubiri gwamwe. Awo baganda ba nyina ne- 3
bamwogerera ebigambo ebyo byona mu matu gabasaja Abesekemu: emitima gyabwe negyagala okugoberera Abimereka; kubanga bagamba nti Ye muganda wafe. Nebamuwa (ebitundu) ebya 4
feza nsanvu byebagya mu nyumba ya Baaliberisi, Abimereka nawera nabyo abasaja abataliko kyebagasa abatali banyuwevu, nebamugobereranga. Nagenda mu nyumba ya kitawe mu Ofera, na'tira 5
bagandabe batabani ba Yeru'baali, be bantu ensanvu, ku jinja limu: naye Yosamu mutabani omuto owa Yeru'baali nafi'kawo; kubanga yekweka.

Nabasaja bona abomu Sekemu nebakung'ana 6
nenyumba yona eya Miro, nebagenda nebafula Abimereka kabaka, awali omwera oguliranye empagi eyali mu Sekemu. Awo bwebakibulira 7
Yosamu, nagenda naimirira ku ntiko yolusozi Gerizimu, naimusa edobozirye, nayogerera wagulu, nabagamba nti Mumpulire, mwe abasaja abomu Sekemu, Katonda alyoke abawulire mwe. Olwatuka emiti negifuluma okufuka amafuta ku 8
kabaka anagifuganga; nebagamba omuzeituni nti Tufuge gwe. Naye omuzeituni negugigamba nti 9
Nandirese obugimu bwange mwebaima okusamu ekitibwa Katonda nabantu kubwange, neng'enda okuyuguma ku miti? Emiti negiga- 10
mba omutini nti Jangu gwe otufuge. Naye 11
omutini negugigamba nti Nandirese obuwomerevu bwange nebibala byange ebirungi, neng'enda okuyuguma ku miti? Emiti negi- 12
gamba omuzabibu nti Jangu gwe otufuge. Omuzabibu negugigamba nti Nandirese omwenge 13
gwange, ogusanyusa Katonda nabantu, neng'enda okuyuguma ku miti? Awo emiti gyona negiryo- 14
ka gigamba omweramanyo nti Jangu gwe otufuge. Omweramanyo negugamba emiti nti Obanga mu- 15

nfukako amafuta okuba kabaka mazima dala, kale
muje mwesige ekisikirize kyange: naye obanga si
bwekiri, omuliro guve mu mweramanyo gumale-
16 wo emivule egyoku Lebanoni. Kale no, obanga
mwakola ebyamazima nebyobutukirivu, okufula
Abimereka kabaka, era obanga mwakola bulungi
Yeru'baali nenyumbaye, nemumukola ngemiko-
17 nogye bwegyasanira (okumukola); [kubanga kita-
nge yabalwanirira, nasingawo obulamubwe, naba-
18 wonya mu mukono gwa Midiani: namwe mugolo-
kose lero ku nyumba ya kitange, era mwa'tira ba-
tabanibe, abantu nsanvu, ku jinja limu, nemufula
Abimereka, mutabani womuzanawe, kabaka wa-
basaja abomu Sekemu, kubanga ye muganda
19 wamwe;] kale obanga mumukoze lero ebyamazima
nebyobutukirivu Yerubaali nenyumbaye, kale
musanyukire Abimereka, era naye abasanyukire
20 mwe: naye obanga si bwekiri, omuliro guve mu
Abimereka, gumalewo abasaja abomu Sekemu
nenyumba ya Miro, era omuliro guve mu basaja
abomu Sekemu ne mu nyumba ya Miro gumalewo
21 Abimereka. Yosamu, nagenda mbiro naduka, na-
tuka Ebeera, nabera eyo, olwokutya Abimereka
mugandawe.
22 Abimereka namala emyaka esatu nga ye muku-
23 lu wa Isiraeri. Katonda natuma omuzimu omu-
bi okwawukanya Abimereka nabasaja abomu Se-
kemu; abasaja abomu Sekumu nebasalira Abi-
24 mereka enkwe: ekyejo kyebakolera batabani
ensanvu aba Yeru'baali kiryoke kije, nomusai
gwabwe gutekebwe ku Abimereka muganda
wabwe, eyaba'ta, ne ku basaja abomu Sekemu,
abawa emikonogye amanyi oku'ta bagandabe.
25 Abasaja abomu Sekemu nebasawo abatēzi oku-
mutēgeranga ku nitiko zensozi, nebanyaga bona
abaitanga mu kubo eryo gyebali: nebabulira
Abimereka.
26 Awo Gaali mutabani wa Ebeda naja ne baga-

ndabe, nagenda Esekemu: abasaja abomu Seke-
mu nebamwesiga. Nebafuluma mu nimiro, ne- 27
bakungula ezabibu zabwe, nebazisambirira, neba-
fumba embaga, nebaingira mu nyumba ya lu-
bale wabwe, nebalya nebanywa, nebakolimira
Abimereka. Gaali mutabani wa Ebeda nayo- 28
gera nti Abimereka yani, ne Sekemu yani,
fe okumuwereza? siye mutabani wa Yeru'ba-
ali? ne Zebuli omumyukawe (yani)? muwereze
abasaja ba Kamola kitawe wa Sekemu: naye fe
kiki ekyandituwerezese'za oyo? Era singa aba- 29
ntu bano bali wansi womukono gwange! nandi-
gyewo Abimereka. Nagamba Abimereka nti
Yongera egyeryo ofulume. Awo Zebuli omukulu 30
wekibuga bweyawulira ebigambo bya Gaali muta-
bani wa Ebeda, obusungubwe nebwaka. Natuma 31
ababaka eri Abimereka mu kyama, ngayogera nti
Laba, Gaali mutabani wa Ebeda ne bagandabe ba-
tuse mu Sekemu; era, laba, bawaliriza ekibuga
okukulwanyisa. Kale no, golokoka kiro, gwe 32
nabantu abali nawe, mutegere mu nimiro: awo 33
olulituka mu makya enjuba nga kyeje eveyo, oligo-
lokoka mu makya nolumba ekibuga: era, laba,
ye nabantu abali naye bwebalifuluma okulwana
nawe, oliinza okubakola nga bwoliraba ebanga.
Abimereka nagoloka, nabantu bona abali naye, 34
kiro, nebatēga Sekemu nga beyawudemu ebisinde
bina. Gaali mutabani wa Ebeda nafuluma, nai- 35
mirira mu mulyango gwa wankaki wekibuga:
Abimereka nagolokoka nabantu abali naye webali
bategede. Awo Gaali bweyalaba abantu, naga- 36
mba Zebuli nti Laba, abantu baserengeta nga
bava ku ntiko zensozi. Zebuli namugamba nti
Olaba ekisikirize kyensozi nga kifanana ngabantu.
Gaali nayogera nate nagamba nti Laba, waliwo 37
abafuluma (mu kubo eriri) wakati munsi, nekibi-
na ekimu kifuluma mu kubo eryomwera ogwa-
bafumu. Awo Zebuli nalyoka amugamba nti 38

Akamwako kakano kalirudawa kubanga wayogera nti Abimereka yani, fe okumuwereza? bano sibe bantu bewanyoma? kakano, nkwegairide,
39 fuluma olwane nabo. Gaali nakulembera abasaja abomu Sekemu nafuluma, nalwana ne Abimere-
40 ka. Abimereka namugoba, naduka mu masoge, nebagwa bangi nga bafumitidwa, okutusa mu
41 mulyango gwa wankaki. Abimereka nabera mu Aluma: Zebuli nagobamu Gaali ne bagandabe,
42 baleme okubera mu Sekemu. Awo olwatuka enkya abantu nebafuluma mu nimiro; nebabu-
43 lira Abimereka. Awo natwala abantu nabawulamu ebisinde bisatu, natēgera mu nimiro; natunula, era, laba, abantu nebafuluma mu kibuga;
44 nabagolokokerako, nabakuba. Abimereka nebisinde ebyali naye nebafubutuka, nebaimirira mu mulyango gwa wankaki wekibuga: ebisinde ebibiri nebafubutukira ku bona abali mu nimiro ne-
45 babakuba. Abimereka nazibya obude ku lunaku olwo ngalwana nekibuga; ekibuga nakikuba, na'ta abantu abali omwo: namenyamenya ekibuga, nakisiga nomunyo.
46 Abasaja bona abomukigo Ekyesekemu bwebawulira ekyo, nebaingira mu kinya ekyomunyumba
47 ya Eriberisi. Nebabulira Abimereka ngabasaja
48 bona abomukigo Ekyesekemu bakung'anye. Awo Abimereka nalinya ku lusozi Zalamoni, ye nabantu bona abali naye; Abimereka nadira emba'zi mu ngaloze, natema etabi ku miti, nalironda, naliteka ku kibegabegakye: nagamba abantu abali naye nti Kyemulabye nga nze nkikoze, mwanguwe
49 mukole nga bwenkoze. Abantu bona nabo bwebatyo nebatema buli muntu etabirye, nebagoberera Abimereka, nagasa ku kinya kiri, nebokya ekinya nago; nokufa nebafa abasaja bona abomukigo Ekyesekemu nabo, abasaja nabakazi nga lukumi.
50 Awo Abimereka nagenda Esebezi, nasisira olusi-

sira ku Sebezi, nakimenya. Naye mu kibuga mwali- 51
mu ekigo ekyamanyi, omwo mwebadukira abasaja
bona nabakazi, ne bona abekibuga, nebegalira,
nebalinya ku kasolya kekigo. Abimereka naja 52
eri ekigo, nalwana nakyo, nasemberera olugi lwe-
kigo okulwokya nomuliro. Nomukazi omu naka- 53
suka olubengo ku mutwe gwa Abimereka, na-
mwāsa omutwe. Awo nayanguwa okuita omu- 54
lenzi eyamukwatiranga ebyokulwanyisa, namu-
gamba nti Sowola ekitalakyo, onzite, abantu bale-
me okunjogerako nti Omukazi ye yamu'ta. Omu-
lenziwe namufumita, nafa. Abasaja ba Isiraeri 55
bwebalaba nga Abimereka afude, nebegendera buli
muntu mu kifokye. Katonda bweyawalana bwa- 56
tyo obubi bwa Abimereka, bweyakola kitawe,
kubanga ya'ta bagandabe nsanvu: nobubi bwona 57
obwabasaja abomu Sekemu Katonda nabuwalana
ku mitwe gyabwe: nokukolima kwa Yosamu mu-
tabani wa Yeru'baali nekuja kubo.

10

Awo oluvanyuma lwa Abimereka newabawo 1
Tola mutabani wa Puwa, mutabani wa Dodo, omu-
saja wa Isakali, okulokola Isiraeri; nabera mu
Samira munsi ya Eferaimu eyensozi. Nalamulira 2
Isiraeri emyaka abiri mwesatu, nafa, nebamuzika
mu Samira.

Oluvanyuma lwoyo newabawo Yaira Omugire- 3
ada; nalamulira Isiraeri emyaka abiri mwebiri.
Era yalina batabanibe asatu, abebagalanga abana 4
bendogoi asatu, nabo bālina ebibuga asatu, bye-
baita Kavosiyaira okutusa lero, ebiri munsi ya
Gireada. Yaira nafa nebamuzika mu Kamoni. 5

Abana ba Isiraeri nebeyongera nate okukola 6
ekyali mu maso ga Mukama ekibi, nebawereza
Bāaali, ne Asitalosi ne bakatonda Abebusuli, ne

bakatonda Abesidoni, ne bakatonda ba Moabu, ne bakatonda ababana ba Amoni, ne bakatonda Ababafirisiti; Mukama nebamuvako nebatamuwereza.
7 Obusungu bwa Mukama nebwaka ku Isiraeri, nabatunda mu mukono Gwababafirisiti, ne mu mu-
8 kono gwababana ba Amoni. Neberalikiriza nebajoga abana ba Isiraeri omwaka ogwo: (bajogera) emyaka kumi nomunana abana ba Isiraeri bona abali emitala wa Yolidani munsi Yabamoli eri mu
9 Gireada. Abana ba Amoni nebasomoka Yolidani okulwanyisa ne Yuda ne Benyamini nenyumba ya Eferaimu; nokweralikirira Isiraeri neyeraliki-
10 rira nyo. Abana ba Isiraeri nebakabira Mukama nga bogera nti Twakusobya kubanga twava ku
11 Katonda wafe netuwereza Babaali. Mukama nagamba abana ba Isiraeri nti Sabalokola eri Abamisiri neri Abamoli, eri abana ba Amoni neri
12 Ababafirisiti? Era Nabasidoni Nabamaleka Nabamaoni babajoga; nemunkabira nembalokola mu
13 mukono gwabwe. Naye mwanvako nemuwereza bakatonda abalala: kyenva nema okugenda oku-
14 balokola nate. Mugende mukabire bakatonda bemwalonda; bo babalokolenga mu biro ebyo-
15 kunakuwala kwamwe. Abana ba Isiraeri nebagamba Mukama nti Twayonona: tukole kyona kyonolaba nga kirungi; kyoka tuwonye lero, tu-
16 kwegairide. Nebagya mubo bakatonda abagya nebawereza Mukama: omwoyogwe negumuluma olwenaku za Isiraeri.
17 Awo abana ba Amoni nebalyoka bakung'ana nebasisira mu Gireada. Abana ba Isiraeri neba-
18 kung'ana nebasisira mu Mizipa. Abantu, abakulu Abegireada, nebagambagana nti Omusaja aliwa alisoka okulwanyisa abana ba Amoni? oyo yaliba omukulu wabo bona abatula mu Gireada.

11

ERA Yefesa Omugireada yali musaja wa manyi muzira, era yali mwana womwenzi: Gireada ye yazala Yefesa. Omukazi wa Gireada namuzalira abana abobulenzi; abana ba mukaziwe bwebakula, nebagoba Yefesa, nebamugamba nti Tolisika mu nyumba ya kitafe; kubanga gwoli mwana wa mukazi mulala. Awo Yefesa nalyoka aduka bagandabe, nabera munsi ya Toba: abasaja abataliko kyebagasa nebakung'ana eri Yefesa, nebatabālanga naye.

Awo olwatuka ekisera bwekyaitawo abana ba Amoni nebalwana ne Isiraeri. Awo olwatuka abana ba Amoni bwebalwana ne Isiraeri, abakade Abegireada nebagenda okukima Yefesa okumugya munsi ya Toba: nebagamba Yefesa nti Jangu obere omukulu wafe, tulwane nabana ba Amoni. Yefesa nagamba abakade Abegireada nti Temwankyawa nemungoba mu nyumba ya kitange? kale ekibalese gyendi kakano kiki nga muli mu naku? Abakade Abegireada nebagamba Yefesa nti Kyetuvude tukukyukira nate kakano ogende nafe olwane nabana ba Amoni, nawe oliba mukulu wafe afuga bona abatula mu Gireada. Yefesa nagamba abakade Abegireada nti Bwemulinkomyawo ewafe okulwana nabana ba Amoni Mukama nabagabula mu maso gange, ndiba mukulu wamwe? Abakade Abegireada nebagamba Yefesa nti Mukama yaliba omujulirwa wakati wafe; mazima ngekigambokyo bwekiriba bwetulikola bwetutyo. Awo Yefesa nalyoka agenda nabakade Abegireada, abantu nebamufula omukulu wabwe abafuga: Yefesa nayogera ebigambobye byona mu maso ga Mukama mu Mizipa.

Awo Yefesa natuma ababaka eri kabaka wabana ba Amoni ngayogera nti Gwolina ki nange, ekiku-

13 lese gyendi okulwanyisa ensi yange? Kabaka
wabana ba Amoni nabadamu ababaka ba Yefesa
nti Kubanga Isiraeri yanzivako ensi yange bweya-
yambuka okuva mu Misiri, okuva ku Alinoni
okutuka ku Yaboka ne ku Yolidani: kale kakano
14 zi'ze ensi ezo lwa mirembe. Yefesa natuma nate
15 ababaka eri kabaka wabana ba Amoni: nabagamba
nti Yefesa bwayogera bwatyo nti Isiraeri teya-
nyaga nsi ya Moabu, newakubade ensi yabana ba
16 Amoni: naye bwebayambuka okuva mu Misiri,
Isiraeri bweyali aita mu lukola okutuka ku Nya-
17 nja Emyufu, natuka Ekadesi; Isiraeri nalyoka
atuma ababaka eri kabaka wa Edomu ngayogera
nti Nkwegairira, kampite munsiyo: naye kabaka
wa Edomu natawulira. Era natumira bwatyo ka-
baka wa Moabu: naye natayagala: Isiraeri natula
18 mu Kadesi. Awo nalyoka aita mu lukola neyeto-
lola ensi ya Edomu nensi ya Moabu, natuka ku
luwi lwensi ya Moabu olwebuvanjuba, nebasisira
emitala wa Alinoni; naye nebatatuka mu nsalo ya
Moabu, kubanga Alinoni gwali nsalo ya Moabu.
19 Isiraeri natuma ababaka eri Sikoni kabaka Waba-
moli, kabaka Wekeseboni; Isiraeri namugamba
nti Tukwegairira, katuite mu nsiyo ng'ende mu
20 kifo kyange. Naye Sikoni natesiga Isiraeri kuita
mu nsaloye: naye Sikoni nakung'anya abantube
bona nasisira mu Yakazi, nalwana ne Isiraeri.
21 Mukama, Katonda wa Isiraeri, nagabula Sikoni
nabantube bona mu mukono gwa Isiraeri, neba-
ba'ta: Isiraeri nalyoka alya ensi yona Eyabamoli,
22 be batula munsi eyo. Nebalya ensalo yona Eya-
bamoli, okuva ku Alinoni okutuka ku Ya'boka,
23 era okuva mu lukola okutuka ku Yolidani. Kale
kakano Mukama, Katonda wa Isiraeri, yagobamu
Abamoli mu maso gabantube Isiraeri, nawe wa-
24 ndibalide? Tolirya nsi katondawo Kemosi gya-
kuwa okulya? Nafe bwetutyo bona Mukama
Katonda wafe beyagobamu mu maso gafe, eyo

gyetulirya. Ne kakano gwosinga Balaka mutabani wa Zipola, kabaka wa Moabu, na katono? yali awakanyeko ne Isiraeri, oba yali alwanyeko nabo? Isiraeri bweyali atula mu Kesboni nebyalo byakyo, ne mu Aloera nebyalo byakyo, ne mu bibuga byona ebiri ku mabali ga Alinoni, emyaka ebikumi bisatu; ekyabalobera ki okubidamu okubirya mu kisera ekyo? Kale nze sikwononanga, naye gwe onsobe'za okulwana nange: Mukama, Omulamuzi, alamule lero wakati wabana ba Isiraeri nabana ba Amoni. Naye kabaka wabana ba Amoni natawulira bigambo bya Yefesa byeyamutumira.

Awo omwoyo gwa Mukama negulyoka guja ku Yefesa, naita mu Gireada ne Manase, naita mu Mizipe ekyomu Gireada, nava Emizipe ekyomu Gireada naita nagenda eri abana ba Amoni. Yefesa neyeyama eri Mukama obweyamo nagamba nti Obanga oligabulira dala abana ba Amoni mu mukono gwange, awo olulituka, ekintu kyona ekirifuluma mu nzigi zenyumba yange okunsisinkana, bwendikomawo emirembe okuva eri abana ba Amoni, kiriba kya Mukama, nange ndikiwayo okuba ekiwebwayo ekyokebwa. Awo Yefesa naita nagenda eri abana ba Amoni okulwana nabo; Mukama nabagabula mu mukonogwe. Nabakuba okuva ku Aloera okutusa ngoja Emi'nisi, bye bibuga abiri, nokutuka ku Aberikeramimu, naba'ta bangi nyo. Abana ba Amoni bwebajemulwa bwebatyo mu maso gabana ba Isiraeri.

Yefesa naja Emizipa eri enyumbaye, era, laba, muwalawe nafuluma okumusisinkana ngalina ebitasa era nga bazina: era ye yali omwanawe omu; teyalina wa bulenzi newakubade owobuwala wabula ye. Awo olwatuka bweyamulaba nayuzayuza engoyeze nayogera nti Zinsanze, muwala wange! onakuwaziza nyo, nawe oli ku muwendo gwabo abaneralikiriza: kubanga nayasama akamwa kange eri Mukama, so siinza kudirira. Na-

mugamba nti Kitange, wayasama akamwako eri Mukama ; nkola ngekigambo bwekyali ekyava mu kamwako ; kubanga Mukama yakuwalaniza egwa-
37 nga ku balabebo, abana ba Amoni. Nagamba kitawe nti Ekigambo kino kinkolwe: ndekera emyezi ebiri, negendere nserengetere ku nsozi, nkabire obutamanya bwange musaja, nze ne bana-
38 nge. Nagamba nti Genda. Namusibula amale emyezi ebiri : neyegendera, ye ne bane, nakabira
39 obutamanyabwe musaja ku nsozi. Awo olwatuka emyezi ebiri bwegyagwa, nakomawo eri kitawe, namukola ngobweyamobwe bwebwali bweyeyama : era yali tanamanya musaja. Newabangawo empisa
40 mu Isiraeri, abawala ba Isiraeri okugendanga buli mwaka okujukira omuwala wa Yefesa Omugireada enaku nya buli mwaka.

12

1 Abasaja ba Eferaimu nebakung'ana nebaita okugenda munsi eyobukika obwa kono ; nebagamba Yefesa nti Kiki ekyakusomosa okugenda okulwana nabana ba Amoni, nototuita fe okugenda nawe?
2 tulikwokerera enyumbayo omuliro. Yefesa nabagamba nti Nze nabantu bange twali tulwana nyo nabana ba Amoni ; awo bwenabaita nemutando-
3 kola mu mukono gwabwe. Awo bwenalaba nga temundokode,obulamu bwange nembuteka mu ngalo zange, nensomoka okulwana nabana ba Amoni, Mukama nabagabula mu mukono gwange : kale kiki ekibalinyisa lero gyendi okulwana nange?
4 Awo Yefesa nalyoka akung'anya abasaja bona Abegireada nalwana ne Eferaimu : abasaja Abegireada nebakuba Eferaimu, kubanga bayogera nti Muli baduse ba Eferaimu, mwe Abegireada, waka-
5 ti mu Eferaimu (ne) wakati mu Manase. Abegireada nebekwata emisomoko gya Yolidani okute-

ga Abeferaimu: awo olwatuka (omuntu yena) ku baduse ba Eferaimu bweyayogera nti Nsomoke, Abegireada nebamugamba nti Oli Mweferaimu? Bweyayogera nti Neda; nebalyoka bamugamba 6
nti Kale no yogera Shi'bolesi; nayogera nti Si'bolesi; kubanga teyainza kukirung'amya kukitusa bulungi; nebalyoka bamukwata, nebamu'tira ku misomoko gya Yolidani: nebafa ku Eferaimu mu biro ebyo obukumi buna mwenkumi biri.

Yefesa nalamulira Isiraeri emyaka mukaga. 7
Yefesa Omugireada nalyoka afa, nebamuzika mu kibuga kimu ku byomu Gireada. Awo oluvanyu- 8
malwe Ibuzani Owebesirekemu nalamula Isiraeri.
Era yalina batabanibe asatu, era yasindika aba- 9
walabe asatu okugenda munsi endala, nagya abawala asatu munsi endala nabawasiza batabanibe.
Nalamulira Isiraeri emyaka musanvu. Ibuzani 10
nafa, nebamuzika mu Besirekemu.

Awo oluvanyumalwe Eroni Omuzebuluni nala- 11
mula Isiraeri; nalamulira Isiraeri emyaka kumi.
Eroni Omuzebuluni nafa, nebamuzika mu Aya- 12
loni munsi ya Zebuluni.

Awo oluvanyumalwe Abudoni mutabani wa 13
Kireri Omupirasoni nalamula Isiraeri. Era ya- 14
lina batabanibe ana nabazukulube asatu, abebagalanga ku bana bendogoi nsanvu: nalamulira Isiraeri emyaka munana. Abudoni mutabani wa Kire- 15
ri Omupirasoni nafa, nebamuzika mu Pirasoni munsi ya Eferaimu, munsi Eyabamaleka eyensozi.

13

Awo abana ba Isiraeri nebeyongera nate okuko- 1
la ekyali mu maso ga Mukama ekibi; Mukama nabagabulira mu mukono Gwabafirisiti emyaka ana.

Era waliwo omusaja Owezola, owekika Ekyaba- 2

dani, erinyalye Manowa; ne mukaziwe yali mu-
3 gumba natazala. Malaika wa Mukama nalabikira
omukazi namugamba nti Laba no, oli mugumba so
tozala: naye oliba olubuto, era olizala omwana wa
4 bulenzi. Kale no wekume, nkwegairide, oleme
okunywanga ku mwenge newakubade ekitamiza,
5 so tolyanga ku kintu kyona ekitali kirongofu: ku-
banga, laba, oliba olubuto, era olizala omwana wa
bulenzi; so akamwano tekaitanga ku mutwegwe:
kubanga omwana aliba Omuwonge eri Katonda
okuva mu lubuto: era yalitanula okulokola Isi-
6 raeri mu mukono Gwabafirisiti. Awo omukazi
nalyoka aja abulira ba, ngayogera nti Omusaja wa
Katonda aze gyendi, namasoge gabade ngamaso ga
malaika oyo owa Katonda, agentisa enyingi; so
simubuziza gyavude, so natambulira linyalye:
7 naye nang'amba nti Laba, oliba olubuto, era oli-
zala omwana wa bulenzi; ne kakano tonywanga
ku mwenge newakubade ekitamiza, so tolyanga
ku kintu ekitali kirongofu: kubanga omwana
aliba Omuwonge eri Katonda okuva mu lubuto
8 okutusa ku lunaku olwokufakwe. Awo Manowa
nalyoka yegairira Mukama nayogera nti Ai Mu-
kama, nkwegairira, omusaja wa Katonda gwewa-
tuma aje gyetuli lwa kubiri, atuigirize bwetuliko-
9 la omwana agenda okuzalibwa. Katonda nawulira
edobozi lya Manowa; malaika wa Katonda najira
omukazi olwokubiri bweyali atude mu nimiro:
10 naye Manowa 'ba teyali naye. Omukazi nayangu-
wa naduka nabulira 'ba namugamba nti Laba,
11 omusaja andabikide eyanjijira olulala. Manowa
nagolokoka nagoberera mukaziwe, najira omusaja
namugamba nti Gwoli musaja eyayogera nomuka-
12 zi? Nagamba nti Nze wuno. Manowa nagamba nti
Kale no ebigambobyo bitukirire: omwana alifana-
13 na atya, nomulimugwe (guliba ki)? Malaika wa
Mukama nagamba Manowa nti Byona byenabulira
14 omukazi abyekumenga. Talyanga ku kintu eki-

va ku muzabibu, so tanywanga mwenge newakubade ekitamiza so talyanga kintu kyona ekitali kirongofu ; byona byenamulagira abikwatenga. Manowa nagamba malaika wa Mukama nti Nkwegairira, tukulwisewo, tukutekeretekere omwana wembuzi. Malaika wa Mukama naga-mba Manowa nti Newakubade ngonondwisawo sija kulya ku mereyo : era bwoyagala okutekateka ekiwebwayo ekyokebwa, kikugwanira okukiwa Mukama. Kubanga Manowa yali tamanyi nga ye malaika wa Mukama. Manowa nagamba malaika wa Mukama nti Erinyalyo gwani, ebigambobyo bwebiritukirira tulyoke tukuwe ekitibwa ? Malaika wa Mukama namugamba nti Obuliza ki erinya lyange, kubanga lya kitalo ? Awo Manowa nadira omwana wembuzi wamu nekiwebwayo ekyobuta, nakiwerayo ku jinja eri Mukama : ne (malaika) nakola ebyekitalo, Manowa ne mukaziwe nga bamutunulira. Kubanga olwatuka omuliro bwegwava ku kyoto negulinya mu gulu, malaika wa Mukama nayambukira mu muliro ogwokukyoto : Manowa ne mukaziwe nga bamutunulira ; nebavunama amaso gabwe wansi. Naye malaika wa Mukama natalabikira nate Manowa newakubade mukaziwe. Awo Manowa nalyoka amanya nga ye malaika wa Mukama. Manowa nagamba mukaziwe nti Tetuleme kufa, kubanga tulabye Katonda. Naye mukaziwe namugamba nti Obanga Mukama abade ayagala okututa, teyandikiriza ekiwebwayo ekyokebwa nekiwebwayo ekyobuta eri omukono gwafe, so teyanditulaze bigambo ebyo byona, so teyanditubulide mu biro bino ebigambo ebiri bwebityo. Omukazi nazala omwana wa bulenzi namutuma erinya Samusoni : omwana nakula, Mukama namuwa omukisa.

Omwoyo gwa Mukama negusoka okumusindika mu Makanedani, wakati Wezola ne Esitaoli.

14

1 Samusoni naserengeta Etimina, nalaba mu
2 Timina omukazi owokubawala Ababafirisiti. Na-
yambuka okuvayo, nabulira kitawe ne nyina na-
gamba nti Nalaba mu timina omukazi owokuba-
3 wala Ababafirisiti: kale no mumpasize oyo. Awo
kitawe ne nyina nebalyoka bamugamba nti Tewali
mukazi nomu mu bawala ba bagandabo, newaku-
bade mu bantu bange bona, nawe kyova ogenda
okuwasa omukazi ku Bafirisiti abatali bakomole?
Samusoni nagamba kitawe nti Mpasiza oyo; ku-
4 banga musima nyo. Naye kitawe ne nyina bāli
tebamanyi nga kyava eri Mukama; kubanga yali
anonya ensonga ku Bafirisiti. Era mu biro ebyo
Ababafirisiti bāli bafuga Isiraeri.
5 Awo Samasoni nalyoka aserengeta Etimina, ne
kitawe ne nyina, nebatuka mu nsuku zemizabibu
Ezetimina: era, laba, empologoma envubuka ne-
6 muwulugumirako. Omwoyo gwa Mukama negu-
mujako namanyi, nagitagulatagula nga bweyandi-
tagudetagude omwana wembuzi, songa talina kintu
mu ngaloze: naye natabulira kitawe newakubade
7 nyina kyakoze. Naserengeta nanyumya nomuka-
8 zi, Samusoni namusima nyo. Ebanga bweryaitawo
nadayo okumutwala, nakyama okulaba omulambo
gwempologoma: era, laba, enjuki nga ziri mu
mulambo gwempologoma nomubisi gwenjuki.
9 Nagutwala nengaloze, nagenda, ngalya atambula,
najira kitawe ne nyina, nabawako, nebalya: naye
natababulira ngomubisi agugye mu mulambo gwe-
10 mpologoma. Kitawe naserengeta eri omukazi:
Samusoni nafumbayo embaga; kubanga bwebaisa-
11 nga okukola bwebatyo. Awo olwatuka bwebamu-
12 laba nebaleta banabwe asatu okubera naye. Samu-
soni nabagamba nti Kakano mbako'kolere eki-
ko'ko: bwemuliinza okukinzivunula enaku omu-

sanvu ezembaga nga tezinagwawo, nemukitegera,
nendyoka mbawa ebyambalo ebya bafuta asatu ne-
miteko gyengoye asatu : naye bwemuliremwa oku- 13
kimbulira, mwe nemulyoka mumpa ebyambalo
ebya bafuta asatu nemiteko gyengoye asatu. Ne-
bamugamba nti Ko'kola ekiko'kokyo tukiwulire.
Nabagamba nti 14

Mu muli mwavamu emere,
Ne mu wamanyi mwavamu obuwomerevu.

Enaku satu neziitawo nebalemwa okuvunula eki-
ko'ko. Awo olwatuka ku lunaku olwomusanvu 15
nebagamba mukazi wa Samusoni nti Sendasenda
balo atuvunule ekiko'ko, tuleme okukwokya gwe
nenyumba ya kitawo omuliro : mwatuita okutwa-
vuwaza ? si bwekiri ? Mukazi wa Samusoni naka- 16
ba amaziga mu masoge nagamba nti Onkyawa bu-
kyayi, so tonjagala : wako'kolera ekiko'ko abana
babantu bange notokimbulirako nze. Namugamba
nti Laba, sikibuliranga kitange newakubade mange,
gwe nakibulirako ? Nakabira amaziga mu masoge 17
enaku musanvu embaga ngekyaliwo : awo olwa-
tuka ku lunaku olwomusanvu namubulira kuba-
nga yamutairira nyo : nabulira abana babantube
ekiko'ko kyeyako'kola. Abasaja abomukibuga 18
nebamugamba ku lunaku olwomusanvu enjuba
nga tenagwa nti Ekisinga omubisi gwenjuki obu-
womerevu kiki ? era ekisinga empologoma ama-
nyi kiki ? Nabagamba nti

Singa temwalimya nte yange,
Temwandivunude kiko'ko kyange.

Awo omwoyo gwa Mukama negumujako namanyi, 19
naserengeta Eyasikeroni, naba'tamu abasaja asatu,
nanyaga omunyago gwabwe, nabawa emiteko
(gyengoye)abo abavunula ekiko'ko. Obusungubwe
nebwaka, nayambuka eri enyumba ya kitawe.
Naye mukazi wa Samusoni nebamuwa mune, 20
gweyabanga naye nga ba mukwano.

15

1 Naye olwatuka ebanga bweryaitawo, nga ba-
kungula eng'ano, Samusoni nakyalira mukaziwe
ngalina omwana wembuzi; nayogera nti Naingira
eri mukazi wange munju. Naye kitawe nata-
2 muganya kuingira. Kitawe nagamba nti Mazima
mbade ndowoza nga wamukyaira dala; kyenava
muwa muno: mugandawe omuto tamusinga bu-
3 lungi? nkwegairide, mutwale mu kifokye. Sama-
soni nabagamba nti Omulundi guno ndiba nga
siriko musango eri Abafirisiti, bwendibakolera
4 akabi. Samusoni nagenda nakwata ebibe ebikumi
bisatu, nadira ebitawuliro, nabikwataganya emi-
kira, nateka ekitawuliro wakati wemikira kina
5 ebirye. Awo bweyamala okukolēza ebitawuliro,
nabita okugenda mu ng'ano eri mu nimiro, Eya-
bafirisiti, nayokya ebinywa era neng'ano eri mu
6 nimiro, era nensuku zemizeituni. Awo Abafiri-
siti nebalyoka bogera nti Akoze bwatyo yani?
Nebogera nti Samusoni mukodomi Womutimina,
kubanga yatwala mukaziwe namuwa mune. Aba-
firisiti nebayambuka, namwokya omukazi ne
7 kitawe omuliro. Samusoni nabagamba nti Bwe-
mukola bwemutyo, sirirema kubawalanako egwa-
8 nga, nendyoka ndekera awo. Naba'tira dala nyo
nyini bangi nyo: naserengeta natula mu lwatika
olwomujinja lya Etamu.
9 Awo Abafirisiti nebayambuka, nebasisira mu
10 Yuda, nebayanjala mu Leki. Abasaja ba Yuda
nebogera nti Kiki ekibayambusiza okulwana
nafe? Nebogera nti Twambuse okusiba Samu-
11 soni, okumukola nga bweyatukola fe. Awo aba-
saja enkumi satu aba Yuda nebalyoka baserengeta
eri olwatika olwomujinja lya Etamu, nebagamba
Samusoni nti Tomanyi nga Abafirisiti batufuga?

kale kino kiki kyewatukola? Nabagamba nti Bo
nga bwebankola, nange bwenabakola. Nebamu- 12
gamba nti Tuserengese okukusiba, tukugabule
mu mukono Gwabafirisiti. Samusoni nabagamba
nti Mundairire obutangwako mwe be nyini. Ne- 13
bogera naye nga bagamba nti Neda; naye tuna-
kusibira dala, netukugabula mu mukono gwa-
bwe: naye mazima tetuku'te. Nebamusibya emi-
gwa ebiri emigya, nebamulinyisa okuva mu jinja.
Bweyatuka Ereki, Abafirisiti nebogerera wagulu 14
bwebasisinkana naye: omwoyo gwa Mukama
negumujako namanyi, nemigwa egyali ku miko-
nogye negifuka ngobugogwa obwokedwa omu-
liro, ebyali bimusibye nebiva ku mikonogye.
Nalaba oluba lwendogoi olubisi, nagolola omu- 15
konogwe, naludira, nalu'sa abasaja lukumi. Samu- 16
soni nayogera nti

Oluba lwendogoi, entumo nentumo,
Oluba lwendogoi lwenzisiza abasaja olukumi.

Awo olwatuka bweyamala okwogera nasula oluba 17
okuva mu ngaloze; ekifo ekyo nekitumibwa
Lamasireki. Enyonta nemuluma nyo, nakabira 18
Mukama, nayogera nti Otuwade okulokoka kuno
okunene nomukono gwomuduwo: ne kakano
enyonta enenzita, nengwa mu mukono gwabatali
bakomole. Naye Katonda nayasa ekinya ekiri 19
mu Leki, amazi negavamu; awo bweyamala oku-
nywa, omwoyogwe negumudamu, nalamuka:
kyerwava lutumibwa erinya Enka'kole, oluli mu
Leki, okutusa lero. Nalamulira Isiraeri emyaka 20
abiri mu naku Zabafirisiti.

16

Samusoni nagenda Egaza, nalabayo omukazi 1
omwenzi, naingira gyali. (Nebabulira) Abagaza 2
nti Samusoni atuse wano. Nebamuzingiza, neba-

mutegera mu mulyango gwekibuga okukesa obude, nebasirika ekiro kyona, nga bogera nti
3 Obude bukye tulyoke tumu'te. Samusoni neyebaka okutusa etumbi, nagolokoka mu tumbi, nakwata enzigi zomuzigo gwekibuga, nemifubeto gyombi, nabisimbulira dala byona era nekisiba, nabiteka ku kibegabegakye, nabitwala ku ntiko yolusozi oluli mu maso Gekeberoni.
4 Awo olwatuka oluvanyuma nayagala omukazi
5 mu kiwonvu Soleka, erinyalye Derira. Abakungu Babafirisiti nebayambuka gyali, nebamugamba nti Musendesende olabe amanyige amangi mwegasibuka, era bwetulisinzira okumusobola, tumusibe tumujeze: nafe tulikuwa buli muntu kufe ebitu-
6 ndu ebya feza lukumi mu kikumi. Derira nagamba Samusoni nti Nkwegairide, mbulira amanyigo amangi mwegasibuka, era ekiinza okukusiba oku-
7 kujeza. Samusoni namugamba nti Bwebalinsibya enkolokolo embisi omusanvu ezitakaze, nendyoka
8 nfuka omunafu, nemba ngomusaja omulala. Awo abakungu Babafirisiti nebamuletera enkolokolo
9 embisi omusanvu ezitakaze, namusibya ezo. Era omukazi yalina abatezi ababera munju eyomunda. Namugamba nti Abafirisiti bakugudeko, Samusoni. Nakutula enkolokolo, ngomugwa gwobugogwa bwegukutuka nga gutuse ku muliro. Awo
10 amanyige negatategereka. Derira nagamba Samusoni nti Laba, ondulide, era onimbye: kakano
11 nkwegairide, mbulira ekiinza okukusiba. Namugamba nti Bwebalinsibya obusibya emigwa emigya egitakozebwanga ku mirimu, nendyoka nfuka omu-
12 nafu, nemba ngomusaja omulala. *Awo Derira nadira emigwa emigya, namusibya egyo, namugamba nti Abafirisiti bakugudeko, Samusoni. Era abatezi bāli bali munju eyomunda. Nagikutula ku mikonogye ngewuzi. Derira nagamba Samusoni
13 nti Okutusa kakano ondulira era onimba bulimbi: mbulira ekiinza okukusiba. Namugamba nti

Bwonoluka emivumbo egyokumutwe gwange omusanvu nengoye ezirukibwa. Nazisibira dala 14
nolubambo namugamba nti Abafirisiti bakugudeko, Samusoni. Nazukuka mu tulotwe, nakwakula olubambo lwomuti ogulukirwako, nengoye ezirukibwa. Namugamba nti Oinza otya okwo- 15
gera nti Nkwagala, omutimagwo nga teguli nange? wakandulira emirundi gino esatu, so tonambulira amanyigo amangi mwegasibukira. Awo 16
olwatuka bweyamutairiranga buli lunaku nebigambobye namwegairiranga, obulamubwe nebwagala okufa enaku. Namubulira byona (ebyali 17
mu) mutimagwe, namugamba nti Akamwano tekaitanga ku mutwe gwange; kubanga ndi Muwonge eri Katonda okuva mu lubuto lwa mange: bwendiba nga mweredwa, amanyi gange negalyoka ganvako, nenfuka omunafu, nemba ngomusaja omulala yena. Derira bweyalaba ngamubulide byona 18
(ebibade mu) mutimagwe, natuma naita abakungu Babafirisiti ngayogera nti Mwambuke omulundi guno gwoka, kubanga ambulide byona (ebibade mu) mutimagwe. Awo abakungu Babafirisiti nebalyoka bayambuka gyali, nga baleta efeza mu ngalo zabwe. Namwebasa ku mavivige; naita 19
omusaja, namwa emivumbo egyokumutwegwe omusanvu; natanula okumujeza, amanyige negamuvako. Nayogera nti Abafirisiti bakugudeko, 20
Samusoni. Nazukuka mu tulotwe nayogera nti Nafuluma ngobweda, nenekunkumula. Naye yali tamanyi nga Mukama amulese. Awo Aba- 21
firisiti nebamukwata, nebagyamu amasoge; nebamuserengesa Egaza, nebamusibya enjegere zebikomo; naseranga mu nyumba eyekomera. Naye 22
enviri ezokumutwegwe nezitanula okumera bweyamala okumwebwa.

Awo abakungu Babafirisiti nebakung'ana oku- 23
wayo sadaka enene eri Dagoni katonda wabwe nokusanyuka: kubanga bayogera nti Katonda

wafe agabude Samusoni omulabe wafe mu mukono
24 gwafe. Awo abantu bwebamulaba nebatendereza
katonda wabwe: kubanga bayogera nti Katonda
wafe agabude omulabe wafe mu mukono gwafe,
era omuzikiriza wensi yewafe, eyatu'tako abangi.
25 Awo olwatuka emitima gyabwe bwegyali gisa-
nyuse, nebogera nti Muite Samusoni atunyumize-
ko. Nebaita Samusoni okumugya mu nyumba
eyekomera; nabanyumirako (ngali) mu maso
26 gabwe: nebamuteka wakati wempagi. Samusoni
nagamba omulenzi eyali amukute ku mukono nti
Ndeka okuwamanta empagi eziwanirira enju, nze-
27 sigameko. Era enju yali ejude abasaja nabakazi;
era abakungu Babafirisiti bāli bali awo bona; ne
wagulu kunju kwaliko abasaja nabakazi nga
nkumi satu abali batunulira Samusoni ngabanyu-
28 mizako. Awo Samusoni nakabira Mukama nayo-
gera nti Ai Mukama Katonda, njijukira, nkwegai-
rira, ompe amanyi, nkwegairira, omulundi guno
gwoka, ai Katonda, mpalane egwanga mangwago
29 ku Bafirisiti olwamaso gange gombi. Samusoni
nakwata empagi zombi eza wakati ezawanirira
enju, nazesigamako, omukonogwe ogwadyo nga
30 guli kwemu, nogwa kono nga ku ndala. Samu-
soni nayogera nti Nfire wamu Nabafirisiti. Na-
kutama namanyige gona; enju negwa ku bakungu
ne ku bantu bona abali omwo. Bwebatyo abafa
beya'tira mu kufakwe bāli bangi okusinga beya'ta
31 nga mulamu. Awo bagandabe nenyumba yona
eya kitawe nebaserengeta nebamutwala, nebamwa-
mbusa, nebamuzika wakati Wezola ne Esitaoli mu
kifo ekyokuzikangamu ekya Manowa kitawe.
Nalamulira Isiraeri emyaka abiri.

17

Awo waliwo omusaja owomunsi ya Eferaimu 1
eyensozi, erinyalye Mika. Nagamba nyina nti 2
Ebitundu ebya feza lukumi mu kikumi ebyakugyibwako, ebyakukolimya ekikolimo nokwogera nokyogera mu matu gange, laba, feza eri nange; nze nagitwala. Nyina nayogera nti Omwana wange awebwe omukisa Mukama. Na'za ebitundu biri ebya feza lukumi mu kikumi eri nyina, 3
nyina nayogera nti Mazima njawula feza eno eri Mukama okuva mu mukono gwange olwomwana wange, okukola ekifananyi ekyole nekifananyi ekisanuse: kale kakano nagiza eri gwe. Awo 4
bweyaza ebintu eri nyina, nyina natwala ebitundu ebya feza ebikumi bibiri, nabiwa omukozi asanusa, oyo nabikoza ekifananyi ekyole nekifananyi ekisanuse: nekibera mu nyumba ya Mika. Era 5
omusaja oyo Mika yalina enyumba ya bakatonda, natunga ekanzu, ne baterafi, nayawula omu ku batabanibe, oyo nafuka kabonawe. Mu naku ezo 6
nga tewali kabaka mu Isiraeri: buli muntu yakolanga ekyali mu masoge ye ekirungi.

Era waliwo omuvubuka eyava mu Besirekemuyuda, owekika kya Yuda, Omulevi, nabera eyo. 7
Omusaja oyo nava mu kibuga, mu Besirekemuyuda, okubera gyanainza okulaba (ekifo): natuka 8
munsi ya Eferaimu eyensozi eri enyumba ya Mika, ngatambula. Mika namugamba nti Ova wa? 9
Namugamba nti Nze Mulevi Owebesirekemuyuda, era ng'enda okubera gyenainza okulaba (ekifo). Mika namugamba nti Bera nange, obere gyendi 10
kitange era kabona, nange nakuwanga ebitundu ebya feza kumi buli mwaka, nebyokwambala omuteko gumu, nebyokulya. Awo Omulevi naingira. Omulevi nakiriza okubera nomusaja oyo; 11
omulenzi oyo nabera gyali ngomu ku batabanibe.

12 Mika nayawula Omulevi, omulenzi oyo nafuka
13 kabonawe, nabera mu nyumba ya Mika. Mika nalyoka ayogera nti Kakano manyi nga Mukama anankolanga bulungi, kubanga nina Omulevi okuba kabona wange.

18

1 Mu naku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri: ne mu naku ezo ekika Kyabadani benonyeza obusika obwokutulamu; kubanga okutusa ku lunaku olwo obusika bwabwe bali nga tebanabu-
2 webwa mu bika bya Isiraeri. Awo abana ba Dani nebatuma abomukika kyabwe abasaja batano ku muwendo gwabwe gwona, abasaja abazira, okuva mu Zola ne mu Esitaoli, okuke'ta ensi nokugikebera; nebabagamba nti Mugende mukebere ensi: nebatuka munsi ya Eferaimu eyensozi,
3 eri enyumba ya Mika, nebasula omwo. Bwebali bali eyo ku nyumba ya Mika, nebategera edobozi lyomuvubuka Omulevi: nebakyama okugenda eyo, nebamugamba nti Ani eyakuleta wano? era okola ki mu kifo kino? era kiki kyolina wano?
4 Nabagamba nti Bwatyo ne bwatyo Mika bweya-
5 nkola, nampera, nange nenfuka kabonawe. Nebamugamba nti Tukwegairira, buza Katonda atulagule, tumanye obanga olugendo lwafe lwetuge-
6 nda luliba nomukisa. Kabona nabagamba nti Mugende mirembe: olugendo lwamwe lwemugenda luli mu maso ga Mukama.
7 Awo abasaja abo abatano nebalyoka begendera, nebatuka Eraisi, nebalaba abantu abali omwo, nga batula mirembe, ngengeri Eyabasidoni bweri, nga basirise nga balina emirembe; kubanga tewali muntu munsi nanyini buinza eyandiinziza okubaswaza mu kigambo kyona, era babali wala Abasi-
8 doni, so tebasa kimu na muntu yena. Nebatuka

eri baganda babwe Ezola ne Esitaoli: baganda
babwe nebabagamba nti Mwogera mutya? Nebo- 9
gera nti Mugolokoke twambuke okulwana nabo:
kubanga tumaze okulaba ensi, era, laba, nungi
nyo: namwe musirise? temugayala kugenda
nokuingira okulya ensi. Bwemuligenda, mulisa- 10
nga abantu abatamanyiride, era ensi ngazi: kuba-
nga Katonda agibawade mu mukono gwamwe;
ekifo ekitabulwamu kintu ekiri munsi.

Newavayo okugenda abomukika Kyabadani, 11
abava mu Zola ne mu Esitaoli, abasaja lukaga
abesiba ebyokulwanyisa. Nebambuka, nebasisira 12
mu Kiriasiyealimu mu Yuda: kyebava batuma
ekifo ekyo Makanedani okutusa lero: laba, kiri
nyuma Wekiriasiyealimu. Nebavayo nebatuka 13
munsi ya Eferaimu eyensozi, nebaja nebatuka
ku nyumba ya Mika. Awo abasaja batano abāge- 14
nda okuke'ta ensi Eyeraisi nebadamu nebagamba
baganda babwe nti Mumanyi nga mu nyumba
zino mulimu ekanzu, ne baterafi, nekifananyi
ekyole, nekifananyi ekisanuse? kale no mulowoze
ekibagwanira okukola. Nebakyamira eyo, nebaja 15
nebatuka ku nyumba yomuvubuka Omulevi, ye
nyumba ya Mika, nebamubuza bwali. Nabasaja 16
bali olukumi abesiba ebyokulwanyisa abokubana
ba Dani bāli baimiride ku mulyango gwa wankaki.
Nabasaja abatano abāgenda okuke'ta ensi nebambu- 17
ka nebaingira omwo, nebatwala ekifananyi ekyole,
nekanzu, ne baterafi, nekifananyi ekisanuse: ne
kabona yali aimiride ku mulyango gwa wankaki
wamu nabasaja bali olukaga abesiba ebyoku-
lwanyisa. Awo abo bwebāingira mu nyumba ya 18
Mika nebagyamu ekifananyi ekyole nekanzu ne
baterafi nekifananyi ekisanuse, kabona nabaga-
mba nti Mukola ki? Nebamugamba nti Sirika, 19
engalozo oziteke ku kamwako ogende nafe, obere
gyetuli kitafe era kabona: kisinga obulungi
gwe okubera kabona eri enyumba yomuntu omu,

oba okuba kabona eri ekika nenyumba mu Isiraeri?
20 Omutima gwa kabona negusanyuka, natwala
ekanzu ne baterafi nekifananyi ekyole, nagenda
21 wakati mu bantu. Awo nebakyuka nebegendera,
nebakulembeza abana abato nensolo nebintu.
22 Bwebāli balese enyuma walako enyumba ya Mika,
abasaja abāli mu nyumba eziriranye enyumba ya
Mika nebakung'ana, nebatuka ku bana ba Dani.
23 Nebakowola abana ba Dani. Nebakyusa amaso
gabwe nebagamba Mika nti Obade otya okuja
24 nekibina ekyenkanide wano? Nayogera nti Mu-
nziyeko bakatonda bange benakola, ne kabona
nemwegendera, nange nina ki nate? kale mumbu-
25 za mutya nti Obade otya? Abana ba Dani neba-
mugamba nti Edoboziryo lireme okuwulirwa mufe,
abasaja abobusungu baleme okubagwako, nawe
26 nofa nabomunyumbayo. Abana ba Dani nebege-
ndera: awo Mika bweyalaba nga bamuinze ama-
27 nyi nakyuka nadayo mu nyumbaye. Nebatwala
ebyo Mika byeyali akoze, ne kabona gweyalina,
nebatuka Eraisi, eri abantu abāli basirise abatama-
nyiride, nebaba'ta nobwogi bwekitala; ekibuga
28 nebakyokya omuliro. So tewabawo mulokozi,
kubanga kyali wala Nesidoni, so tebasanga kimu
na muntu yena: era kyali mu kiwonvu ekiriranye
Ebesirekobu. Nebazimba ekibuga nebatula omwo.
29 Nebatuma ekibuga erinya lyakyo Dani, ngerinya
lya Dani jaja wabwe bweryali eyazalirwa Isiraeri:
naye erinya lyekibuga lyali Laisi oluberyeberye.
30 Awo abana ba Dani nebesimbira ekifananyi kiri
ekyole: ne Yonasani, mutabani wa Geresomu,
mutabani wa Musa, ye ne batabanibe be bāli
bakabona eri ekika Kyabadani okutusa ku lunaku
31 ensi lweyanyagirwako. Awo nebesimbira ekifa-
nanyi kya Mika ekyole kyeyakola, enaku zona
enyumba ya Katonda ngekyali mu Siro.

19

Awo olwatuka mu naku ezo, nga tewali kabaka 1
mu Isiraeri, newabawo Omulevi eyatula emitala
wensi ya Eferaimu eyensozi, eyagya omuzana mu
Besirekemuyuda namuwasa. Omuzanawe namu- 2
sobyako ngayenda, namunoba nagenda mu nyu-
mba ya kitawe mu Besirekemuyuda, namalayo
ebanga lyemyezi ena. 'Ba nagolokoka namugobe- 3
rera okumubulira ebyekisa, okumukomyawo,
ngalina omuduwe, nendogoi biri: namuingiza mu
nyumba ya kitawe: awo kitawe womuwala bwe-
yamulaba, nasanyuka okusisinkana naye. Muko- 4
domiwe, kitawe womuwala, namulwisa; nama-
layo naye enaku satu: bwebatyo nebalya neba-
nywa nebasula eyo. Awo olwatuka ku lunaku 5
olwokuna nebagolokoka enkya mu makya, naye
nagolokoka okwegendera: kitawe womuwala na-
gamba mukodomiwe nti Sanyusa omutimagwo
nakamere mulyoke mwegendere. Awo nebatula, 6
nebalya nebanywa, bombi wamu: kitawe womu-
wala nagamba omusaja nti Nkwegairide, kiriza
osulewo, omutimagwo gusanyuke. Omusaja na- 7
golokoka okwegendera; naye mukodomiwe na-
mwegairira, nasulayo nate. Nagolokoka enkya 8
mu makya ku lunaku olwokutano okwegendera;
kitawe womuwala nayogera nti Sanyusa omuti-
magwo, nkwegairide, mubere wano okutusa obude
bwebunakira; nebalya bombi. Omusaja bweya- 9
golokoka okwegendera, ye nomuzanawe nomu-
duwe, mukodomiwe kitawe womuwala namu-
gamba nti Laba, kakano obude bunatera oku-
wungera, mbegairide musulewo: laba, obude
bugenda buziba, bera wano, omutimagwo gu-
sanyuke; enkya mukere okutambula, odeyo
eka. Naye omusaja natakiriza kusulayo, naye 10
nagolokoka neyegendera, natuka emitala Weye-

busi (ye Yerusalemi): era ngalina naye endogoi
biri eziriko amatandiko; era nomuzanawe ngali
11 naye. Bwebāli bali kumpi Neyebusi, obude
bwali buitiride nyo; omudu nagamba mukamawe nti Jangu, nkwegairide, tukyame tuingire
mu kibuga kino Ekyabayebusi, tusule omwo.
12 Mukamawe namugamba nti Tetukyame kuingira
mu kibuga kya munagwanga, atali wa bana ba
Isiraeri; naye tunasomoka okugenda Egibea.
13 Nagamba omuduwe nti Jangu tusemberere ekimu
ku bibuga ebyo; era tunasula mu Gibea oba mu
14 Lama. Awo nebatambula nebegendera; obude
nebubazibirira (nga bali) kumpi Negibea, ekya
15 Benyamini. Nebakyamira eyo, okuingira okusula mu Gibea: naingira natula mu lugudo lwekibuga: kubanga tewabawo muntu abaingiza mu
16 nyumbaye okubasuza. Awo, laba, omukade naja
ngava mu mirimugye mu nimiro akawungezi;
era omusaja oyo yali wa nsi ya Eferaimu eyensozi,
yali atula mu Gibea: naye abasaja abekifo bāli
17 Babenyamini. Naimusa amasoge, nalaba omuise
oli mu lugudo lwekibuga; omukade nayogera
18 nti Ogenda wa? era ova wa? Namugamba nti
Tuva mu Besirekemuyuda nga tugenda emitala
wensi ya Eferaimu eyensozi; gyenava neng'enda
Ebesirekemuyuda: ne kakano ng'enda mu nyumba
ya Mukama; so tewali muntu anyingiza mu
19 nyumbaye. Naye waliwo ebisasiro era nebyokulya ebyendogoi zafe; era waliwo emere yange nomwenge nebyomuzanawo nebyomuvubuka
ali awamu nabadubo: tetuliko kyetwetaga.
20 Omukade nayogera nti Emirembe gibe gyoli;
naye byona byewetaga bibere kunze; kyoka
21 temusula mu lugudo. Awo namuingiza mu nyumbaye, nendogoi naziwa ebyokulya: nebanaba
22 ebigere byabwe, nebalya nebanywa. Awo bwebāli nga besanyusa emitima, laba, abasaja abomukibuga, abana ba Beriali, nebazingiza enyumba

enjuwi zona, nga bakona ku lugi; nebogera ne
nanyini nyumba, omukade oli, nga bagamba nti
Fulumya omusaja oyo aingide mu nyumbayo
tulyoke tumumanye. Omusaja, nanyini nyumba, 23
nabafulumira nabagamba nti Neda, baganda
bange, mbegairira, temukola bubi obwenkanide
wano; kubanga omusaja ono aingide mu nyumba
yange, temukola kya busirusiru kino. Laba, 24
muwala wange wuno, atamanyanga musaja, no-
muzanawe; abo benafulumya kakano, namwe
mubatowaze, mubakole nga bwemunalaba nga
kirungi: naye omusaja ono temumukola kya bu-
sirusiru kyona ekiri ng'anga ekyo. Naye abasaja 25
nebagana okumuwulira: awo omusaja nakwata
omuzanawe, namufulumya gyebali; nebamuma-
nya, nebamwonona okukesa obude: awo emambya
bweyasala, nebamuta. Awo omukazi naja obude 26
nga bukya, nagwa ku lugi lwenyumba eyomusaja
omwali mukamawe okutusa obude bwebwakya.
Awo mukamawe nagolokoka enkya, nagulawo 27
enzigi zenyumba, nafuluma okwegendera: era,
laba, omukazi omuzanawe yali agude ku lugi
lwenyumba, engaloze nga ziri ku mulyango. Na- 28
mugamba nti Golokoka tugende; naye nga tewali
adamu: nalyoka amutwalira ku ndogoi; omusaja
nagolokoka neyegendera mu kifokye. Awo bwe- 29
yatuka mu nyumbaye, nadira akambe, nakwata
omuzanawe, namusalamu, ngamagumbage bwe-
gali, ebitundu kumi na bibiri, namuwereza oku-
bunya ensalo zona za Isiraeri. Awo olwatuka 30
bona abalaba ekyo nebogera nti Ekikolwa ekiri
ng'anga kino tekikolebwanga so tekirabwanga
okuva ku lunaku abana ba Isiraeri lwebayambu-
kirako okuva munsi Yemisiri okutusa lero: mu-
kirowoze, mukitese, mwogere.

20

1 Awo abana ba Isiraeri bona nebalyoka bafuluma, ekibina nekikung'ana ngomuntu omu, okuva ku Dani okutuka ku Beeriseba, wamu
2 nensi Yegireada, eri Mukama Emizipa. Abakungu babantu bona, abebika byona ebya Isiraeri, neberaga mu kung'aniro lyabantu ba Katonda, abasaja abatambula nebigere abasowolanga ebitala
3 obusirivu buna. [Era abana ba Benyamini bali bawulide ngabana ba Isiraeri bayambuse Emizipa.] Abana ba Isiraeri nebogera nti Tubulire,
4 obubi buno bwakolebwa butya? Awo Omulevi ba womukazi gweba'ta, nadamu nayogera nti Natuka Egibea, ekya Benyamini, nze nomuzana
5 wange, okusulayo. Abasaja Abegibea nebangolokokerako, nebazingiza enyumba enjuwi zona mwenali ekiro; nze bali bagala okunzita, nomuzana
6 wange bamukwata, era yafa. Nentwala omuzana wange, ne'musalasala ebitundu, nemuwereza okubunya ensi yona eyobusika bwa Isiraeri: kubanga bakola ekyobukaba era ekyobusirusiru mu
7 Isiraeri. Mulabe, mwe abana ba Isiraeri, mwena,
8 mulete amagezi gamwe mutese. Abantu bona nebagolokoka ngomuntu omu nga bogera nti Tewali muntu mufe aligenda mu wemaye, so tewali mufe alikyama okuingira mu nyumbaye.
9 Naye kakano ekigambo kyetulikola Egibea kye
10 kino; (tulyambuka) okulwana nakyo nga tukubye akalulu; era tuligya abasaja kumi ku (buli) kyasa okubunya ebika byona ebya Isiraeri, era kikumi ku (buli) lukumi, era lukumi ku (buli) kakumi, okusakira abantu emere, bwebalituka Egibea ekya Benyamini balyoke bakole ngobusirusiru bwona bwebuli bwebakolera mu Isiraeri.
11 Awo abasaja bona aba Isiraeri nebakung'anira ku kibuga, nga begase ngomuntu omu.

Awo ebika bya Isiraeri nebatuma abantu oku- 12
bunya ekika kyona ekya Benyamini nga bogera
nti Bubi ki obwo obwakolebwa mumwe? Kale 13
kakano muweyo abasaja, abana ba Beriali, abali
mu Gibea, tulyoke tuba'te, tugyemu obubi mu
Isiraeri. Naye Benyamini nagana okuwulira
edobozi lya baganda babwe abana ba Isiraeri.
Awo abana ba Benyamini nebava mu bibuga 14
nebakung'anira Egibea, okugenda okutabala abana
ba Isiraeri. Abana ba Benyamini nebababala ku 15
lunaku olwo abava mu bibuga abasaja abasowo-
langa ebitala obukumi bubiri mu kakaga, obu-
tasako abo abatula mu Gibea, bebabala abasaja
abalonde lusanvu. Mu bantu bano bona mwa- 16
limu abasaja abalonde aba kono lusanvu; buli omu
yainza okuvumulira amainja noluviri, natasubwa.
Abasaja ba Isiraeri, obutasako Benyamini, ba- 17
babala abasaja abasowolanga ebitala obusirivu
buna: abo bona bazira. Abana ba Isiraeri ne- 18
bagolokoka, nebayambuka Ebeseri, nebabuza Ka-
tonda abalagule; nebagamba nti Ani alisoka oku-
twambukira okulwana nabana ba Benyamini?
Mukama nayogera nti Yuda yalisoka. Abana 19
ba Isiraeri nebagolokoka enkya, nebasisira ku
Gibea. Abasaja ba Isiraeri nebafuluma okulwana 20
ne Benyamini; abasaja ba Isiraeri nebasimba
enyiriri okulwanira nabo Egibea. Awo abana ba 21
Benyamini nebava mu Gibea nebamega wansi
nebazikiriza ku lunaku olwo abasaja obukumi
bubiri mwenkumi biri ku Baisiraeri. Awo aba- 22
ntu, abasaja ba Isiraeri, nebegumya emyoyo,
nebasimba enyiriri nate mu kifo mwebali bazi-
simbide ku lunaku olwoluberyeberye. [Era abana 23
ba Isiraeri nebalinya nebakabira amaziga mu
maso ga Mukama okutusa akawungezi; nebabuza
Mukama nga bogera nti Nasembera nate okulwana
nabana ba Benyamini muganda wange? Mukama
nayogera nti Yambuka okulwana naye.]

24 Awo abana ba Isiraeri nebasembera okulwana
nabana ba Benyamini ku lunaku olwokubiri.
25 Benyamini nava mu Gibea ku lunaku olwokubiri
okulwana nabo, nebamega wansi nebazikiriza
nate abasaja kakumi mu kanana ku Isiraeri; abo
26 bona basowolanga ebitala. Awo abana ba Isiraeri
bona nabantu bona nebalyoka balinya nebatuka
Ebeseri, nebakaba amaziga, nebatula eyo mu maso
ga Mukama, nebasiba ku lunaku olwo okutusa
akawungezi; nebawayo ebiwebwayo ebyokebwa
nebiwebwayo olwemirembe mu maso ga Mukama.
27 Abana ba Isiraeri nebabuza Mukama, [kubanga
sanduke eyendagano ya Katonda yaliyo mu naku
28 ezo, ne Finekasi mutabani wa Ereazala mutabani
wa Aloni yaimiriranga mu maso gayo mu naku
ezo] nga bogera nti Nafuluma nate omulundi
ogwokusatu okulwana nabana ba Benyamini mu-
ganda wange nantiki nalekera awo? Mukama
nayogera nti Yambuka: kubanga enkya ndimu-
29 gabula mu mukonogwo. Awo Isiraeri nasawo
abatezi okutega Gibea enjuwi zona.
30 Awo abana ba Isiraeri nebambuka okulwana
nabana ba Benyamini ku lunaku olwokusatu,
31 nebasimba enyiriri zabwe ngolulala. Abana ba
Benyamini nebafuluma okulwana nabantu, neba-
sendebwasendebwa okuva ku kibuga; nebatanula
okukuba noku'ta ku bantu, ngolulala, mu ngudo,
olumu lwe lwambuka Ebeseri, nolulala Egibea,
(ne) mu nimiro, abasaja ba Isiraeri ngasatu.
32 Abana ba Benyamini nebogera nti Bamegedwa
mu maso gafe ngoluberyeberye. Naye abana ba
Isiraeri nebogera nti Tuduke, tubasendesende
33 okuva ku kibuga bagende mu ngudo. Abasaja
ba Isiraeri bona nebagolokoka nebava mu kifo
kyabwe, nebasimba enyiriri zabwe mu Baali-
tamala: nabatezi ba Isiraeri nebafubutuka okuva
34 mu kifo kyabwe, okuva mu Maalegeba. Newaita
okulwana Negibea abasaja abalondebwa mu

Isiraeri yena kakumi, nebalwana nyo: naye bali
tebamanyi ngakabi kabali kumpi. Mukama na- 35
kuba Benyamini mu maso ga Isiraeri: abana ba
Isiraeri ku lunaku olwo nebazikiriza ku Benya-
mini abasaja obukumi bubiri mwenkumi tano
mu kikumi: abo bona basowolanga ebitala.

Awo abana ba Benyamini nebalaba nga baku- 36
bidwa: kubanga abasaja ba Isiraeri bāsegulira
Benyamini, kubanga bāli besize abatezi bebali
batezeza Egibea. Awo abatezi nebanguwa neba- 37
fubutuka ku Gibea; abatezi nebasembera enjuwi
zona, neba'ta ekibuga kyona nobwogi bwekitala.
Era akabonero abasaja ba Isiraeri nabatezi kebali 38
balaganye ke kano, bo okunyosa ekire ekinene
ekyomuka okuva mu kibuga. Abasaja ba Isiraeri 39
nebakyuka mu lutalo, ne Benyamini natanula
okukuba noku'ta ku basaja ba Isiraeri abasaja
ngasatu: kubanga bayogera nti Mazima bamege-
dwa mu maso gafe nga mu lutabalo olwoluberye-
berye. Naye ekire bwekyasoka okunyoka okuva 40
mu kibuga ngempagi yomuka, Ababenyamini
nebatunula enyuma, era, laba, ekibuga kyona nga
kinyoka okutusa mu gulu. Awo abasaja ba 41
Isiraeri nebakyuka, abasaja ba Benyamini neba-
wunikirira: kubanga balaba ngakabi kabatu-
seko. Awo nebakuba amabega mu maso gaba- 42
saja ba Isiraeri okugenda mu kubo (erida mu)
lukola; naye olutalo nerubagoberera kumpi;
nabo abava mu bibuga nebabazikiriza wakati
mubyo. Nebazingiza Ababenyamini enjuwi zona, 43
nebabaiganya, nebabalinyirira mu bisulo byabwe,
okutusa emitala Wegibea ku luwi lwebuvanjuba.
Newagwa ku Benyamini abasaja kakumi mu 44
kanana; abo bona basaja bazira. Nebakyuka 45
nebaduka mu kubo lyolukola okutuka ku jinja
lya Limoni: nebafuza abali baduse mu ngudo
abasaja enkumi tano; nebabaiganya okutuka
Egidomu, nebaba'tako abasaja enkumi biri. Bwe- 46

batyo bona abagwa ku lunaku olwo ku Benyamini bāli abasaja obukumi bubiri mwenkumi tano abasowolanga ebitala; abo bona basaja bazira.
47 Naye abasaja lukaga nebakyuka nebadukira mu kubo lyolukola nebatuka ku jinja lya Limoni, nebabera mu jinja lya Limoni okumalayo emyezi
48 ena. Abasaja ba Isiraeri nebakyuka nate okulwana nabana ba Benyamini, nebaba'ta nobwogi bwekitala, ekibuga kyona era nente ne byona byebasanga: era nebibuga byona byebasanga nebabyokya.

21

1 Era abasaja ba Isiraeri bali balaide mu Mizipa nga bogera nti Tewabanga kufe alimuwa Benya-
2 mini omuwalawe okumuwasa. Abantu nebaja Ebeseri, nebatula eyo okutusa akawungezi mu maso ga Katonda, nebaimusa amalobozi gabwe,
3 nebakaba nyo amaziga. Nebogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, kiki ekirese kino mu Isiraeri, lero ekika kimu okubula mu Isi-
4 raeri? Awo olwatuka enkya abantu nebagolokoka mu makya, nebazimba eyo ekyoto, nebawayo ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo olwe-
5 mirembe. Abana ba Isiraeri nebogera nti Aliwa mu bika byona ebya Isiraeri atayambuka eri ekung'aniro eri Mukama? Kubanga bali balaide ekirairo ekikulu kwoyo atayambuka eri Mukama Emizipa nga bogera Talirema ku'tibwa.
6 Abana ba Isiraeri nebejusa olwa Benyamini muganda wabwe nebogera nti Waliwo ekika kimu lero
7 ekyazikirizibwa mu Isiraeri. Tulibalabira tutya abakazi abo abasigadewo, kubanga twalaira Mukama obutabawanga ku bawala bafe okubawasa?
8 Nebogera nti Kika ki ku bika bya Isiraeri ekitayambuka eri Mukama Emizipa? Era, laba, mu Yabesigireada temwava muntu okugenda mu lusi-

sira eri ekung'aniro. Kubanga abantu bwebāba- 9
libwa, laba, nga tewaliwo kwabo abatula mu Yabe-
sigireada. Ekibina nekitumayo abasaja kakumi 10
mwenkumi biri kwabo abasinga obuzira, nebaba-
lagira nga bogera nti Mugende mu'te nobwogi
bwekitala abatula mu Yabesigireada, wamu naba-
kazi nabana abato. Na kino kye kigambo kye- 11
munakola; munazikiririza dala buli musaja na
buli mukazi eyali asuze nomusaja. Nebalaba 12
mwabo abatula mu Yabesigireada abawala abato
bina, abatamanyanga musaja okusula naye: neba-
baleta mu lusisira Esiro, ekiri munsi ya Kanani.

Awo ekibina kyona nebatuma nebogera nabana 13
ba Benyamini abali mu jinja lya Limoni, nebaba-
langira emirembe. Awo Benyamini nakomawo 14
mu biro ebyo; nebabawa abakazi bebali bawonyeza
obutaba'ta ku bakazi Abeyabesigireada: era naye
nebatabamala bwebatyo. Abantu nebejusa olwa 15
Benyamini, kubanga Mukama yali awagude eki-
tuli mu bika bya Isiraeri.

Awo abakade bekibina nebogera nti Tulirabira 16
tutya abakazi abo abasigadewo, kubanga abakazi
bazikirizibwa mu Benyamini? Nebogera nti Ki- 17
gwana okubawo obusika eri abo abawona ku
Benyamini, ekika kireme okusangulibwa mu Isi-
raeri. Naye tetuinza kubawa ku bawala bafe 18
okubawasa: kubanga abana ba Isiraeri bali bala-
ide nga bogera nti Akolimirwe oyo awa Benyamini
omukazi okuwasa. Nebogera nti Laba, waliwo 19
embaga ya Mukama buli mwaka mu Siro, ekiri
ku luwi olwobukika obwa kono Olwebeseri, ku
luwi olwebuvanjuba olwolugudo oluva Ebeseri
olwambuka Esekemu, ne ku luwi olwobukika
obwadyo Olwerebona. Awo nebalagira abana ba 20
Benyamini nga bogera nti Mugende mutegere mu
nsuku zemizabibu; mutunule, era, laba, abawala 21
Abesiro bwebalifuluma okuzina mu mizanyo (gya-
fe), nemulyoka muva mu nsuku, mukwate buli mu-

ntu mukaziwe ku bawala Abesiro, mugende munsi
22 ya Benyamini. Awo olulituka bakitabwe oba baganda babwe bwebalija okutuwoleza, netubagamba nti Mutubawe lwa kisa: kubanga tetwabanyagira buli muntu mukaziwe mu ntalo: so temwaba-
23 bawa; kakano mwandiziza omusango. Awo abana ba Benyamini nebakola bwebatyo, nebenyagira abakazi kwabo abāzina, ngomuwendo gwabwe bwegwali; abo bebanyaga: nebegendera nebadayo mu busika bwabwe, nebazimba ebibuga, nebatula
24 omwo. Awo abana ba Isiraeri nebavayo mu biro ebyo, buli muntu eri ekikakye neri enyumbaye, nebavayo nebegendera buli muntu mu busikabwe.
25 Mu naku ezo nga tewali kabaka mu Isiraeri: buli muntu yakolanga ekyali mu masoge ye ekirungi.

EKITABO

KYA

LUSI.

1

Awo olwatuka mu naku abalamuzi zebālamuli- 1
ramu, enjala negwa munsi. Awo omusaja Owe-
besirekemuyuda nagenda okutula munsi ya Moabu,
ye ne mukaziwe, ne batabanibe bombi. Nerinya 2
lyomusaja lyali Erimereka, nerinya lya mukaziwe
Naomi, nerinya lya batabanibe bombi Maloni ne
Kirioni, Abeferasi Abebesirekemuyuda. Neba-
tuka munsi ya Moabu, nebabera eyo. Awo Eri- 3
mereka 'ba Naomi nafa; naye nasigalawo ne bata-
banibe bombi. Nebawasa ku bakazi ba Moabu; 4
erinya lyomu Olapa, nerinya lyowokubiri Lusi:
nebamalayo emyaka nga kumi. Awo Maloni ne 5
Kirioni nebafa bombi; omukazi nafirwa abanabe
bombi ne bawe. Awo nalyoka agolokoka ne ba- 6
kamwanabe, adeyo ngava munsi ya Moabu: kuba-
nga yali awulide munsi ya Moabu Mukama bwe-
yajira abantube ngabawa emere. Nava mu kifo 7
mweyali, ne bakamwanabe bombi wamu naye;
nebatambula mu kubo okudayo munsi ya Yuda.
Awo Naomi nagamba bakamwanabe bombi nti 8
Mugende mudeyo buli omu kumwe mu nyumba

ya nyina: Mukama abakole ebyekisa, nga mwe
9 bwemwakola abafa era nange. Mukama abawe
okulaba okuwumula, buli omu kumwe mu nyu-
mba ya bawe. Nalyoka abanywegera; nebaimusa
10 edobozi lyabwe, nebakaba amaziga. Nebamuga-
mba nti Neda; naye tulidayo nawe eri abantubo.
11 Naomi nagamba nti Mukyuke nate, bana bange:
kiki ekibagaza okugenda nange? nkyalina bāna
12 mu lubuto lwange babere babamwe? Mukyuke
nate, bana bange, mwegendere; kubanga nkadiye
mpitiride okuba nomusaja. Bwenayogera nti Nsu-
bira, newakubade nga mbera nomusaja ekiro kino,
13 era nenzala abana abobulenzi; kale mwandibali-
ndiride okukula? kyemuliva muleka okuba naba-
saja? neda, bana bange; kubanga numwa nyo
kulwamwe, kubanga omukono gwa Mukama gwa-
14 fuluma okulwana nange. Nebaimusa edobozi
lyabwe, nebakaba nate amaziga: Olapa nanywe-
15 gera nyazalawe; naye Lusi neyegata naye. Na-
yogera nti Laba, mugyawo azeyo eri abantube
neri katondawe: nawe dayo ogoberere mugyawo.
16 Awo Lusi nayogera nti Tonegairira kukuleka,
nokudayo obutakugoberera: kubanga gyonoge-
ndanga, gyendigenda nze; era gyonosulanga, gye-
ndisula nze: abantubo baliba bantu bange, era
17 Katondawo Katonda wange: gyolifira, nze gye-
ndifira, era gyebalinzika: Mukama ankole bwatyo
era nokusingawo, obanga ekigambo kyona kiri-
18 twawukanya gwe nange wabula okufa. Awo bwe-
yalaba ngamaliride okugenda naye, naleka okwo-
19 gera naye. Awo abo bombi nebatambula okutusa
lwebatuka Ebesirekemu. Awo olwatuka bweba-
mala okutuka Ebesirekemu, ekibuga kyona neki-
sasamala kulwabwe, (abakazi) nebogera nti Ono
20 Naomi? Nabagamba nti Temumpita Naomi,
naye mumpite Mala: kubanga Omuinza webintu
21 byona yankola ebikawa enyo. Nava wano nga
njijude, era Mukama ankomezawo ewa'tu nga

sirina kantu: kiki ekibampisa Naomi, kubanga Mukama yategeza kunze, era Omuinza webintu byona yambonyabonya? Bwatyo Naomi nako- 22
mawo, ne Lusi Omumoabu, mukamwanawe, wamu naye, eyakomawo okuva munsi ya Moabu: nebatuka Ebesirekemu nga kyebaje bakungule sairi.

2

Era Naomi yalina muganda wa bawe, omusaja 1
owamanyi omugaga, owomunyumba ya Erimereka; nerinyalye Boazi. Awo Lusi Omumoabu na- 2
gamba Naomi nti Kang'ende kakano mu nimiro, nonde ku birimba bya sairi nga ngoberera oyo anankwatirwa ekisa. Namugamba nti Genda, mwana wange. Nagenda, naja nalonda mu ni- 3
miro abakunguzi webaise: era olwatuka nasanga ekitundu kyenimiro ekya Boazi, eyali owomukika kya Erimereka. Era, laba, Boazi nava Ebesirekemu 4
nagamba abakunguzi nti Mukama abere namwe. Nebamudamu nti Mukama akuwe omukisa. Awo Boazi nagamba omuduwe eyali akunguza 5
abakunguzi nti Omuwala ono wani? Omudu 6
eyali akunguza abakunguzi nadamu nayogera nti Ono ye muwala Omumoabu eyakomawo ne Naomi okuva munsi ya Moabu: nayogera nti Nonde, 7
mbegairide, nkung'anye abakunguzi webaise mu binywa: awo naja, era asibyewo obwenkya okutusa kakano, wabula ngaingideko mu nyumba katono. Awo Boazi nalyoka agamba Lusi nti 8
Towulira, mwana wange? Togendanga kulonda mu nimiro endala, so tovanga wano, naye oberanga wano kumpi nabawala bange. Amasogo 9
gabe ku nimiro, gyebanakungulanga, nawe obagobererenga: sikutide balenzi obutakukomangako? era enyonta bwenekulumanga, ogendanga awali ensuwa, nonywa kwago abalenzi gebasenye.

10 Awo navunama amasoge, nakutama wansi, namu-
gamba nti Kiki ekindabi'za ekisa mu masogo, gwe
okune'kanya nze kubanga ndi munagwanga?
11 Boazi nadamu namugamba nti Bambulirira dala
byona byewakakoze nyazalawo balo kasoka afa:
era bwewaleka kitawo ne nyoko nensi gyewazali-
12 rwamu, noja mu bantu bewali tomanyiko. Mu-
kama akusasulire emirimugyo, era owebwe empe-
ra etebulako Mukama Katonda wa Isiraeri, gwe-
13 weyuna wansi webiwawatirobye. Awo nayogera
nti Ndabe ekisa mu masogo, mukama wange; ku-
banga onsanyusiza, era kubanga oyogede nomuza-
nawo ebyekisa, newakubade nga siri ngomu ku
14 bazanabo. Awo obude bwebwatuka okulya Bo-
azi namugamba nti Jangu olye ku mere okoze
enogayo omwenge omukatufu. Natula ku mabali
gabakunguzi: nebamuwa sairi ensike, nalya na-
15 kuta nalemwa. Awo bweyagolokoka okulonda,
Boazi nalagira abalenzibe ngayogera nti Alonde
16 ne mu binywa so temumuvumanga. Era mumu-
tolereko ne mu miganda, mugireke, alonde, so
17 temumuwunako. Awo nalonda mu nimiro nazi-
bya obude; nawula zeyāli alonze, neziba ngefa
18 eya sairi. Nagyetika, naingira mu kibuga: nya-
zalawe nalaba zalonze: naleta namuwa eyasiga-
19 dewo bweyamala oku'kuta. Awo nyazalawe
namugamba nti Olonze wa lero? era okoze wa emi-
rimu? awebwe omukisa oyo akwe'kanyiza. Na-
tegeza nyazalawe oyo bweyali gwakoze naye, na-
yogera nti Omusaja gwenkoze naye lero erinyalye
20 Boazi. Naomi nagamba mukamwanawe nti Awe-
bwe Mukama omukisa, atanaleka kisakye eri aba-
lamu neri abafa. Naomi namugamba nti Omu-
saja oyo muganda wafe dala, omu ku banunuzi
21 bafe. Lusi Omumoabu nayogera nti Wewawo,
ang'ambye nti Onoberanga kumpi nabalenzi ba-
nge, okutusa lwebalimala amakungula gange
22 gona. Awo Naomi nagamba Lusi mukamwanawe

nti Kirungi, mwana wange, oitenga wamu nabazanabe, so baleme okukusing'ana mu nimiro endala yona. Awo naberanga kumpi nabazana ba 23
Boazi okulondanga okutusa bwebamala amakungula ga ṣairi namakungula geng'ano; natula ne nyazalawe.

3

Awo Naomi nyazalawe namugamba nti Mwana 1
wange, sikunonyeze kuwumula, obe bulungi?
Era kakano Boazi muganda wafe taliwo gyewabe- 2
ranga nabazanabe? Laba, awewa sairi ekiro kino
mu gūliro. Kale naba wesigeko amafuta, oya- 3
mbale ebyambalobyo, oserengete mu gūliro: naye
tewetegeza eri omusaja oyo okutusa lwanamala
okulya nokunywa. Awo olunatuka bwanagala- 4
mira, we'kanye ekifo mwanagalamira, nawe noingira nobikula ebigerebye, nogalamira; naye ana-
kubulira bwonokola. Namugamba nti Byona 5
byoyogede nabikola. Naserengeta mu gūliro, 6
nakola nga byona bwebibade nyazalawe byamula-
gide. Awo Boazi bweyamala okulya nokunywa, 7
omutimagwe nga gusanyuse, nagenda okugalami
ra ku mabali gentumo yeng'ano: naja ngasoba,
nabikula ku bigerebye, nagalamira. Awo olwa- 8
tuka mu tumbi omusaja natya neyekyusa: era,
laba, omukazi ngagalamide ku bigerebye. Nayo- 9
gera nti Gwani? Nadamu nti Nze Lusi omuza-
nawo: kale bika ekyambalokyo ku muzanawo:
kubanga oli mununuzi (wange). Nayogera nti 10
Owebwe Mukama omukisa, mwana wange: olaze
ekisa ekisinga obungi enkomerero okukira oluberyeberye, kubanga togobereranga balenzi, oba
bavu oba bagaga. Ne kakano, mwana wange, to- 11
tya; nakukola byona byoyogera: kubanga eki-
buga kyona ekyabantu bange bamanyi ngoli mu-

12 kazi mwegendereza. Era kakano kya mazima
nga nze mununuziwo : naye waliwo omulala ansi-
13 nga nze oluganda. Bera wano ekiro kino, awo
olunatuka enkya bwanakukolera emirimu egyolu-
ganda, kale ; akole emirimu egyoluganda : naye
bwatakirize kukukolera mirimu gya luganda, kale
nze ndikukolera emirimu egyoluganda, nga Mu-
kama bwali omulamu : galamira okese obude.
14 Nagalamira ku bigerebye okukesa obude : nago-
lokoka omuntu nga tanainza kwe'kanya mune.
Kubanga yayogera nti Kireme okumanyibwa ngo-
15 mukazi ono aze mu gūliro. Nayogera nti Leta
omunagiro gwoyambade, ogukwate ; nagugwata :
nagera (ebigero) mukaga ebya sairi, nabimutika :
16 nagenda mu kibuga. Awo bweyatuka eri nyaza-
lawe, nayogera nti Gwani, mwana wange ? Na-
17 mubulira byona omusaja byamukolede. Namu-
gamba nti (Ebigero) bino omukaga ebya sairi abi-
mpade ; kubanga ayogede nti Togenda eri nyaza-
18 lawo nga tolina kantu. Nalyoka agamba nti Tula
ngosirika, mwana wange, okutusa lwolimanya ebi-
gambo gyebiri'kira : kubanga omusaja oyo taja
kuwumula okutusa lwanamalawo ekigambo kino
lero.

4

1 Awo Boazi nayambuka eri omulyango, natula
eyo : era, laba, mugandawe oyo Boazi gwayoge-
deko naitawo ; namugamba oyo nti Owange, gu-
2 ndi ! kyama otule wano. Nakyama natula. Na-
twala abasaja kumi ku bakade bekibuga nayogera
3 nti Mutule wano. Nebatula. Nagamba mu-
ganda (womukazi) nti Naomi eyakomawo okuva
munsi ya Moabu, atunda ekibanja ekyali ekya
4 muganda wafe Erimereka : era mbade ndowoza
okukutegeza nga njogera nti Kigulire mu maso
gabo abatula wano, ne mu maso gabakade baba-

ntu bange. Bwoyagala okukinunula, kinunule: naye bwotoyagala kukinunula, kale mbulira 'manye: kubanga tewali anakinunula wabula gwe; nange nze nkudirira. Nayogera nti Ndikinunula. Awo Boazi nayogera nti Bwoligula enimiro mu mukono gwa Naomi, kirikugwanira ne Lusi Omumoabu, mukazi woyo eyafa, okukuguza, okudizawo obusikabwe erinya lyoyo eyafa. Muganda (womukazi) oyo nayogera nti Siinza kukyenunulira nzeka, neme okwonona obusika bwange nze: gwe wetwalire okununula kwange okwo: kubanga nze siinza kukinunula. Era eno ye yali (empisa) eda mu Isiraeri eyokununula nokuwanyisa, okunyuweza ebigambo byona; omusaja yananulanga engatoye, nagiwa mune: nokwo kwali mujulirwa mu Isiraeri. Awo muganda (womukazi) oyo nayogera nti Kyegulire. Nananula engatoye. Boazi nagamba abakade nabantu bona nti Muli bajulirwa lero, nga nguze byona ebyali ebya Erimereka, ne byona ebyali ebya Kirioni nebya Maloni, mu mukono gwa Naomi. Era Lusi Omumoabu mukazi wa Maloni muguze okuba omukazi wange, okudizawo obusikabwe erinya lyoyo eyafa, erinya lyoyo eyafa lireme okuzikirira mu bagandabe ne mu mulyango gwekifokye: mwe muli bajulirwa lero. Awo abantu bona abali mu mulyango nabakade nebogera nti Fe tuli bajulirwa. Mukama afananye omukazi aze mu nyumbayo nga Lakeri ne Lea, abazimba bombi enyumba ya Isiraeri: nawe okole ebisana mu Eferasa, oyatikirire mu Besirekemu: nenyumbayo ebere ngenyumba ya Perezi, Tamala gweyazalira Yuda, olwezade Mukama lyalikuwera mu mukazi ono omuvubuka. Awo Boazi natwala Lusi, naye namufumbirwa; naingira gyali, Mukama namuwa olubuto, nazala omwana wa bulenzi. Abakazi nebagamba Naomi nti Mukama yebazibwe, atakulese lero nga tolina mununuziwo,

15 era erinyalye lyatikirire mu Isiraeri. Era alibera
gyoli akomyawo obulamu era alisa obukadebwo:
kubanga mukamwanawo akwagala, akusanyusa
okusinga abana abobulenzi omusanvu, yamuzade.
16 Awo Naomi natwala omwana, namwambatira mu
17 kifubakye, naba omuleziwe. Abakazi baliran-
nwabe nebamutuma erinya nga bogera nti Naomi
azalidwa omwana wa bulenzi; nebamutuma
erinya Obeda: oyo ye kitawe wa Yese, kitawe wa
Daudi.
18 Era kuno kwe kuzala kwa Perezi: Perezi ya-
19 zala Kezeroni; Kezeroni nazala Lamu; Lamu
20 nazala Aminadabu; Aminadabu nazala Nasoni;
21 Nasoni nazala Salamoni; Salamoni nazala Boazi;
22 Boazi nazala Obeda; Obeda nazala Yese; Yese
nazala Daudi.

EKITABO KYA

SAMUIRI

EKYOLUBERYEBERYE.

1

Awo wāliwo omusaja Oweramasaimu-zofimu ekyomunsi eyensozi eya Eferaimu, erinyalye Erikana, mutabani wa Yerokamu, mutabani wa Eriku, mutabani wa Toku, mutabani wa Zufu, Omweferaimu : era yalina abakazi babiri ; omu erinyalye nga ye Kana, nomulala erinyalye nga ye Penina : era Penina yalina abana, naye Kana teyalina bana. Awo omusaja oyo yavanga mu kyalokye buli mwaka nalinya okusinza nokuwerayo mu Siro esadaka eri Mukama owegye. Ne batabani ba Eri bombi, Kofeni ne Finekasi, bakabona eri Mukama, bāli eyo. Awo olunaku bwerwatuka Erikana kweyawerayo sadaka, nawa emigabo Penina mukaziwe ne batabanibe ne bawalabe : naye nawa Kana emigabo ebiri : kubanga yamwagala Kana, naye Mukama yali agalide obubutolwe. Mugyawe namusunguwaza nyo okumweralikiriza, kubanga Mukama yali agalide olubutolwe. Awo (musajawe) bweyakolanga bwatyo buli mwaka, ye bweyalinyanga okugenda mu nyumba ya Mukama, namusunguwaza bwatyo; kyeyava akaba amaziga nagana okulya. Awo Erikana musajawe namugamba nti Kana, okabira ki? kiki ekikulobera

okulya? nomutimagwo kiki ekigweralikiriza?
9 nze sisinga bana kumi gyoli obulungi? Awo
Kana nagolokoka nga bamaze okulya mu Siro,
era nga bamaze okunywa. Awo Eri kabona yali
ngatude ku ntebeye awali omufubeto ogwomu-
10 yekalu ya Mukama. Nomwoyogwe gwali nga
gumuluma, nasaba Mukama, nakaba nyo ama-
11 ziga. Neyeyama obweyamo nayogera nti Ai
Mukama owegye, bwoliba ngotunulide enaku
muzanawo zalabye, nonjijukira noterabira muza-
nawo, naye nowa muzanawo omwana owobulenzi,
awo ndimumuwa Mukama enaku zona ezobula-
mubwe, so nakamwano tekaliita ku mutwegwe.
12 Awo olwatuka, bweyeyongera okusaba mu maso
13 ga Mukama, Eri neye'kanya akamwake. Era
Kana yayogera mu mwoyogwe; emimwagye gye
gyatobera, naye edobozirye teryawulikika: Eri
14 kyeyava alowoza ngatamide. Eri namugamba
nti Olitusa wa okutamiranga? wegyeko omwenge-
15 gwo. Kana nadamu nayogera nti Neda, mukama
wange, nze ndi mukazi alina omwoyo ogunaku-
wade: sinywede mwenge newakubade ekitamiza,
naye nfuse (ebiri mu) meme yange mu maso ga
16 Mukama. Toita muzanawo muwala wa Beriali:
kubanga mu kwemulugunya kwange okusukiride
ne mu kunyiga kwange mwenyimye okwogera
17 okutusa kakano. Awo Eri nadamu nayogera nti
Genda mirembe: era Katonda wa Isiraeri akuwe
18 ebyo byomusabye. Nayogera nti Muzanawo
alabe ekisa mu masogo. Awo omukazi neye-
gendera nalya, amasoge negatatokotera lwa kubiri.
19 Awo nebagolokoka enkya mu makya, nebasinza
mu maso ga Mukama nebadayo, nebatuka mu
nyumba yabwe mu Lama: Erikana namanya
20 Kana mukaziwe; Mukama namujukira. Awo
olwatuka ebiro bwebyatuka Kana naba olubuto
nazala omwana wa bulenzi; namutuma erinyalye
Samuiri, nti Kubanga namusaba eri Mukama.

Omusaja Erikana nenyumbaye yona nebalinya okuwayo sadaka eya buli mwaka eri Mukama nobweyamobwe. Naye Kana natalinya ; kubanga nagamba bawe nti (Sija kulinyayo) okutusa omwana lwaliva ku mabere, nendyoka mutwala alabike mu maso ga Mukama, abere eyo enaku zona. Erikana bawe namugamba nti Kola nga bwosima ; bera awo okutusa lwolimala okumugya ku mabere ; kyoka Mukama anyuweze ekigambokye. Awo omukazi nabera awo nayonsa omwana okutusa lweyamugya ku mabere. Awo bweyamala okumugya ku mabere, namutwala nagenda naye nalinya, ngalina ente satu, ne efa emu eyobuta, nekita ekyomwenge, namutwala mu nyumba ya Mukama mu Siro : era omwana yali muto. Neba'ta ente nebamuletera Eri omwana. Namugamba nti Ai mukama wange, nga bwoli omulamu, mukama wange, nze ndi mukazi oyo eyaimirira woli wano, nga nsaba Mukama. Omwana ono gwenasaba ; era Mukama yampa ebyo byenamusaba : nange kyenvude muwayo eri Mukama ; ngakyali mulamu aweredwayo eri Mukama. Ye nasinziza Mukama eyo.

21 22 23 24 25 26 27 28

2

Kana nasaba nayogera nti 1
Omutima gwange gujaguliza Mukama,
Ejembe lyange ligulumizibwa mu Mukama :
Akamwa kange kagaziye ku balabe bange ;
Kubanga nsanyukira obulokozibwo.
Tewali mutukuvu nga Mukama ; 2
Kubanga tewali mulala wabula gwe :
So tewali lwazi oluli ng'anga Katonda wafe.
Temwogeranga nate bya kyejo kingi ekyenkanide awo ; 3
Ebyamalala tebivanga mu kamwa kamwe :
Kubanga Mukama Katonda wa kumanya,

Noyo yāpima ebikolwa.
4 Emitego egyabazira gimenyese,
Nabo abesitalanga besibye amānyi.
5 Aba'kutanga bapakasi'za olwemere ;
Nabo abālumwanga enjala bakomye :
Wewawo, omugumba azade musanvu ;
Noyo alina abana abangi ayongobera.
6 Mukama a'ta nalamya :
Aserengesa mu magombe nalinyisa okuvayo.
7 Mukama ayavuwaza era agagawaza :
A'sa wansi, era yāgulumiza.
8 Aimusa abavu okubagya mu nfufu,
Asitula abetaga okubagya mu lubungo,
Okubatuza awamu nabalangira,
Basikire entebe eyekitibwa :
Kubanga empagi zensi za Mukama,
Era yateka ebintu byona okwo.
9 Alikuma ebigere byabatukuvube,
Naye ababi balisirisibwa mu kizikiza ;
Kubanga tewaliba muntu alisinga olwamānyi.
10 Abawakana ne Mukama balimenyekamenyeka ;
Alibwatuka kubo ngaima mu gulu :
Mukama alisala omusango gwenkomerero zensi ;
Era alimuwa kabakawe amānyi,
Nagulumiza ejembe lyoyo gweyafukako amafuta.
11 Awo Erikana nagenda Erama mu nyumbaye. Omwana nawereza Mukama mu maso ga Eri kabona.
12 Awo batabani ba Eri bāli bana ba Beriali ;
13 tebāmanya Mukama. Nempisa bakabona gyebāisanga eri abantu yali bweti ; omuntu yena bweyawangayo sadaka, omudu wa kabona naja, nga bakyafumba enyama, ngalina e'kato erya-
14 manyo asatu mu ngaloze ; nakisoya mu nsaka oba binika oba ntamu oba sufuliya ; byona e'kato

byeryaletanga kabona nabitwalanga neryo. Bwebatyo bwebakoleranga mu Siro Abaisiraeri bona abajangayo. Wewawo, nga tebanaba kwokya masavu, omudu wa kabona najanga, nagamba omusaja eyali awayo sadaka nti Mpa enyama okwokera kabona; kubanga tayagala omuwe enyama enfumbe wabula embisi. Nomusaja bweyamugamba nti Tebaleme kwokya masavu mangwago, nolyoka otwala ngememeyo bweyagala; awo nayogeranga nti Neda, naye onogimpa kakano: era bwonogana, nagitwala lwa mānyi. Ekibi ekyabalenzi abo nekiba kinene nyo mu maso ga Mukama: kubanga abantu nebatamwa ekiwebwayo eri Mukama.

Naye Samuiri nawererezanga mu maso ga Mukama, nga mwana muto, nga yesibye ekanzu eya bafuta. Era nyina namutungiranga akanagiro nakamuleteranga buli mwaka, bweyalinyanga awamu ne ba okuwayo sadaka eya buli mwaka. Eri namusabira omukisa Erikana ne mukaziwe, nayogera nti Mukama akuwe ezade mu mukazi ono olwekyo kyeyayazika Mukama. Nebadayo ewabwe eka. Awo Mukama namujira Kana naba olubuto nazala abana abobulenzi basatu nabobuwala babiri. Omwana Samuiri nakula mu maso ga Mukama.

Awo Eri yali akadiye nyo; nawulira byona batabanibe byebakolanga Abaisiraeri bona era bwebasulanga nabakazi abawererezanga ku mulyango gwewema eyokusisinkanirangamu. Nagamba nti Kiki ekibakoza ebifanana bwebityo? kubanga abantu bano bona bambulira ebikolwa byamwe ebibi. Neda, bana bange; kubanga byempulira si birungi na katono: mwononyesa egwanga lya Mukama. Omuntu bwasobya ku mune, Katonda alimusalira omusango: naye omuntu bwasobya ku Mukama, alimwegairirira ani? Naye nebatawulira dobozi lya kitabwe,

26 kubanga Mukama yali ayagala okuba'ta. Omwana
Samuiri neyeyongera okukula, naba muganzi wa
Katonda era nabantu.
27 Awo newaja omusaja wa Katonda eri Eri, namu-
gamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Nebiku-
lira ekika kya kitawo, bwebāli mu Misiri (nga
28 basibidwa) mu nyumba ya Falao? Era namugya
mu bika byona ebya Isiraeri nemulonda okuba
kabona wange, nokulinyanga ku kyoto kyange,
okwotezanga obubane, okwambalanga ekanzu mu
maso gange? nempa ekika kya kitawo ebiwebwayo
byona ebyabana ba Isiraeri ebikolebwa nomuliro?
29 Lwaki mwe okusambira sadaka yange nekiwe-
bwayo gyendi, byenalagira mu nyumba (yange),
nosamu ekitibwa batabanibo okukira nze, mwe
okwesavuwaza nebisinga obulungi mwebyo byona
30 Isiraeri abantu bange byebawayo? Mukama,
Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera nti Okwogera
nayogera ngekikakyo nekika kya kitawo kiritam-
bula mu maso gange enaku zona: naye kakano
Mukama ayogera nti Kidire eri; kubanga abo
abanzisamu ekitibwa bendisamu ekitibwa, nabo
31 aba'nyoma tebalibaitamu ka buntu. Laba, enaku
zija, lwendisalako omukonogwo nomukono gwe-
nyumba ya kitawo, waleme okuba omukade mu
32 nyumbayo. Era olitunulira enyumba (yange)
ngebonyabonyezebwa mu birungi byona (Katonda)
byaliwa Isiraeri: so tewaliba mukade mu nyu-
33 mbayo enaku zona. Nomusajawo gwesirizikiriza
okumugya ku kyoto kyange (aliba) wa kumalawo
amasogo nokunakuwaza omwoyogwo: nezade lyona
34 eryenyumbayo balifa nga kyebaje bavubuke. Era
kano ke kaliba akabonero gyoli akalituka ku ba-
tabanibo bombi, Kofeni ne Finekasi; bombi balifa
35 ku lunaku lumu. Nange ndyeimusiza kabona
omwesigwa anakolanga ngebyo bwebiri ebiri mu
mutima gwange ne mu meme yange: era ndimu-
zimbira enyumba eyenkala'kalira; era anatambu-

langa enaku zona mu maso goyo gwendifukako amafuta. Awo olulituka, buli alisigala mu nyumbayo alija namuvunamira olwekitundu kyefeza nomugati gumu, nayogera nti Mpa obumu ku bwami bwa bakabona, nkwegairide, ndyoke ndye ku kamere. 36

3

Awo omwana Samuiri nawerezanga Mukama mu maso ga Eri. Nekigambo kya Mukama kyali kya muwendo mungi mu naku ezo ; tewābangawo kwolesebwa kwa lwatu. Awo olwatuka mu biro ebyo, Eri ngagalamide mu kifokye, [namasoge gāli gatanude okuimbala natainza kulaba,]netabaza ya Katonda nga tenazikira, ne Samuiri ngagalamide okwebaka mu yekalu ya Mukama omwali sanduke ya Katonda ; awo Mukama naita Samuiri: nayogera nti Nze nzuno. Nadukana mbiro naja eri Eri nayogera nti Nze nzuno ; kubanga ompise. Nayogera nti Sikuise ; galamira nate. Nagenda nagalamira. Mukama namuita nate olwokubiri nti Samuiri. Samuiri nagolokoka nagenda eri Eri nayogera nti Nze nzuno ; kubanga ompise. Nadamu nti Sikuise, mwana wange ; galamira nate. Era Samuiri yali tanamanya Mukama, so nekigambo kya Mukama kyali tekinamubikulirwa. Mukama naita Samuiri nate omulundi ogwokusatu. Nagolokoka nagenda eri Eri nayogera nti Nze nzuno ; kubanga ompise. Awo Eri nategera nga Mukama yaise omwana. Eri kyeyava agamba Samuiri nti Genda ogalamire: awo olunatuka, bwanaba ngakuise, noyogera nti Yogera, Mukama wange ; kubanga omuduwo awulira. Awo Samuiri nagenda nagalamira mu kifokye. Mukama naja naimirira naita ngolulala nti Samuiri, Samuiri. Awo Samuiri nayogera nti Yogera ; kubanga omuduwo awulira. Mukama nagamba Samuiri 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11

nti Laba, ndikola ekigambo mu Isiraeri ekiryamiriza amatu gombi aga buli muntu alikiwulira.
12 Ku lunaku olwo nditukiriza ku Eri byona byena-
kayogera ku nyumbaye, okuva ku luberyeberye
13 okutusa ku nkomerero. Kubanga namugamba nga ndisalira enyumbaye omusango ogwenaku zona, olwobutali butukirivu bweyamanya, kubanga ba-
14 tabanibe beretako ekikolimo, ye natabaziiza. Kyenvude ndairira enyumba ya Eri ngobutali butukirivu obwenyumba ya Eri tebugenda kulongosebwa na sadaka newakubade ebiwebwayo enaku
15 zona. Samuiri nagalamira nakesa obude, nalyoka agulawo enzigi zenyumba ya Mukama. Samuiri
16 natya okubulira Eri byeyayolesebwa. Awo Eri naita Samuiri nayogera nti Samuiri, mwana wange.
17 Nayogera nti Nze nzuno. Nayogera nti Kigambo ki Mukama kyakugambye? nkwegairide, tokinkisa: Katonda akukole bwatyo nokukirawo, bwononkisa ekigambo kyona kwebyo byona bya-
18 kugambye. Awo Samuiri namubulira buli kigambo natamukisa kigambo kyona. Nayogera nti
19 Ye Mukama: akole nga bwasima. Samuiri nakula, Mukama naba naye, nataganya bigambobye kugwa
20 wansi na kimu. Abaisiraeri bona okuva eri Dani okutuka Ebeeriseba nebamanya nga Samuiri ate-
21 kedwawo okuba nabi wa Mukama. Mukama nalabikira nate mu Siro: kubanga Mukama yebikulira
4 Samuiri mu Siro nekigambo kya Mukama. Ekigambo kya Samuiri nekijira Isiraeri yena.

Awo Abaisiraeri nebatabala okulwana Nabafirisiti nebasisira ku bali lya Ebenezera: Abafirisiti
2 nebasisira mu Afeka. Abafirisiti nebasimba enyiriri okulwana Nabaisiraeri: awo bwebatukaganako, Isiraeri nakubibwa mu maso Gabafirisiti: neba'tira awo kugye lyabwe abasaja ngenkumi
3 nya. Awo abantu bwebātuka mu lusisira, abakade ba Isiraeri nebogera nti Mukama atukubide ki lero mu maso Gabafirisiti? Tukime sanduke eye-

ndagano ya Mukama nga tugigya mu Siro netugireta wetuli, etuke mufe etulokole mu mukono gwabalabe bafe. Awo abantu nebatuma Esiro, 4
nebagyayo sanduke eyendagano ya Mukama owegye, atula ku bakerubi: ne batabani ba Eri bombi Kofeni ne Finekasi bāli eyo awali sanduke eyendagano ya Katonda. Awo sanduke eyendagano 5
ya Mukama bweyatuka mu lusisira, Abaisiraeri bona nebogerera wagulu nedobozi dene nokuwuma ensi newumira dala. Awo Abafirisiti bwebawulira 6
edobozi eryokwogerera wagulu, nebogera nti Edobozi eryo lyebogerera wagulu enyo mu lusisira Lwabeberaniya amakulu galyo ki? Nebategera nga sanduke ya Mukama etuse mu lusisira. Awo 7
Abafirisiti nebatya kubanga bayogera nti Katonda atuse mu lusisira. Nebogera nti Zitusanze! kubanga obweda tewanabawo kigambo ekifanana bwekityo. Zitusanze! ani alitulokola mu mukono 8
gwa bakatonda abo abamānyi? be bakatonda abo ababonyezabonyeza Abamisiri mu lukola nebibonobono ebitali bimu. Mudemu amānyi, mwerage 9
obusaja, mwe Abafirisiti, muleme okuba abadu Babeberaniya, nga bo bwebābanga abamwe: mwerage obusaja, mulwane. Awo Abafirisiti neba- 10
lwana, Isiraeri nakubibwa, nebadukira buli muntu mu wemaye: newaba oku'ta kunene nyo; kubanga ku Baisiraeri nekugwa abasaja abatambula nebigere obukumi busatu. Sanduke ya Mukama 11
nenyagibwa; batabani ba Eri bombi Kofeni ne Finekasi neba'tibwa. Omusaja wa Benyamini 12
nava mugye naduka natuka Esiro ku lunaku olwo, engoyeze nga ziyulise netaka nga liri ku mutwegwe. Awo bweyaja, laba, Eri ngatude ku ntebeye 13
ku bali lyekubo ngatunulira: kubanga omutimagwe negukankanira sanduke ya Katonda. Awo omusaja bweyatuka mu kibuga nakibulira, ekibuga kyona nekyogerera wagulu. Awo Eri bwe- 14
yawulira edobozi eryokwogerera wagulu, nayogera

nti Edobozi eryoluyogano luno amakulu galyo ki?
15 Omusaja nayanguwa naja nabulira Eri. Era Eri
yali nga yakamaze emyaka kyenda mu munana;
16 namasoge gāli gaimbade natainza kulaba. Omu-
saja nagamba Eri nti Nze nzuyo eyavude mu'gye,
nenziruka lero okuva mu'gye. Nayogera nti
17 Byali bitya, mwana wange? Awo oyo eyaleta
ebigambo nadamu nayogera nti Abaisiraeri baduse
mu maso Gabafirisiti, era wabadewo oku'ta okunene
mu bantu, era ne batabanibo bombi Kofeni ne
Finekasi bafude, ne sanduke ya Katonda enyagi-
18 dwa. Awo olwatuka bweyayogera ku sanduke
ya Katonda, nagwa bugazi okuva ku ntebeye ku
bali lyomulyango, obulagobwe nebukutukako nafa:
kubanga yali mukade nobuzito muzito. Era yali
19 alamulide Isiraeri emyaka ana. Awo mukamwa-
nawe, mukazi wa Finekasi, yali lubuto ngalitera
okuzala: awo bweyawulira ebigambo nga sanduke
ya Katonda enyagidwa, era nga mukodomiwe ne
bawe bafude, nakutama nazala; kubanga obulu-
20 mibwe bwamutukako. Awo nganatera okufa
abakazi abāimirira wali nebamugamba nti Totya;
kubanga ozade omwana wa bulenzi. Naye nata-
21 damu so teyasayo mwoyo. Natūma omwana Ika-
boda ngayogera nti Ekitibwa kivude ku Isiraeri:
kubanga sanduke ya Katonda enyagidwa, ne kulwa
22 mukodomiwe ne bawe. Nayogera nti Ekitibwa
kivude ku Isiraeri; kubanga sanduke ya Katonda
enyagidwa.

5

1 Awo Abafirisiti bāli banyaze sanduke ya Kato-
nda, nebagigya Ebenezera nebagitwala Eyasidoda.
2 Abafirisiti nebadira sanduke ya Katonda neba-
gireta mu nyumba ya Dagoni nebagiteka ku bali
3 lya Dagoni. Abasidoda bwebagolokoka enkya
mu makya, laba, Dagoni ngagude amasoge nga

wansi mu maso ga sanduke ya Mukama. Nebadira Dagoni nebamu'za nate mu kifokye. Awo 4
bwebagolokoka olwokubiri enkya mu makya, laba, Dagoni ngagude amasoge nga wansi mu maso ga sanduke ya Mukama; nomutwe gwa Dagoni nebibatu byombi ebyemikonogye nga bitemedwako nga bigalamide mu mulyango; (ekiwududu kya) Dagoni kye kyamusigalirawo kyoka. Bakabona ba Dagoni kyebava balema okulinya 5
ku mulyango gwa Dagoni mu Asidoda na buli kati, newakubade omuntu yenaaingira mu nyumba ya Dagoni.

Naye omukono gwa Mukama negubazitowerera 6
Abasidoda, nabazikiriza, nabalwaza ebizimba, Asidoda era nensalo zakyo. Awo Abasidoda bweba- 7
laba nga kyali bwekityo, nebogera nti Sanduke ya Katonda wa Isiraeri teribera nafe: kubanga omukonogwe gutuluma ne Dagoni Katonda wafe. Awo nebatuma nebakung'anya gyebali abami bona 8
Ababafirisiti nebogera nti Tunakola tutya sanduke ya Katonda wa Isiraeri? Nebadamu nti Sanduke ya Katonda wa Isiraeri etambuzibwe okutusa Egasi. Nebatambuza sanduke ya Katonda wa Isiraeri. Awo olwatuka, bwebamala okugita- 9
mbuza, omukono gwa Mukama negulwana nekibuga negubakeng'entereza nyo nyini: nalwaza abomukibuga, abato nabakulu, ebizimba nebifūtūka kubo. Awo nebawereza sanduke ya Kato- 10
nda okugenda Ekeroni. Awo olwatuka, sanduke ya Katonda bweyatuka Ekeroni, Abekeroni nebogerera wagulu nga bogera nti Batambuziza sanduke ya Katonda wa Isiraeri nebagitusa gyetuli, okutu'ta nabantu bafe. Awo nebatuma nebakung'a- 11
nya abami bona Ababafirisiti nebogera nti Musindike sanduke ya Katonda wa Isiraeri, edeyo mu kifo kyayo, ereme okutu'ta nabantu bafe: kubanga okukeng'enterera okwokufa kwabuna ekibuga kyona; omukono gwa Katonda gwazitowa nyo

12 eyo. Nabo abatafa nebalwala ebizimba: okukaba kwekibuga nekulinya mu gulu.

6

1 Awo sanduke ya Mukama yamala emyezi musa-
2 nvu ngeri munsi Eyabafirisiti. Awo Abafirisiti nebaita bakabona nabafumu, nga bogera nti Tunakola tutya sanduke ya Mukama? tutegeze bwe-
3 tuba tugiwereza okugenda mu kifo kyayo. Nebogera nti Bwemunasindika sanduke ya Katonda okugenda, temugisindika njerere; naye temulema kumuwereza ekiwebwayo olwomusango: nemulyoka muwona, era kiritegerwa mwe ekirobera obu-
4 tabagyako mukonogwe. Awo nebogera Ekiwebwayo olwomusango kyetulimuwereza kiriba ki? Nebogera nti Ebizimba ebya zabu bitano nemisonso egya zabu etano, ngabami Babafirisiti bwebenkana omuwendo: kubanga ekibonobono ekimu
5 kyali kumwe mwena ne ku bami bamwe. Kyemunava mwekolera ebifananyi byebizimba byamwe nebifananyi byemisonso gyamwe egyonona ensi; era mulimuwa ekitibwa Katonda wa Isiraeri: mpo'zi aligya omukonogwe kumwe ne ku baka-
6 tonda bamwe ne kunsi yamwe. Kale mukakanyaliza ki emitima gyamwe, nga Abamisiri ne Falao bwebākakanyaza emitima gyabwe? bweyamala okukola mubo ebyekitalo, tebakiriza bantu ku-
7 genda nebegendera? Kale no kakano mudire egali empya mugyetekeretekere, nente biri eziramulwa, ezitatekebwangako kikoligo, musibe ente ku gali,
8 muzigyeko enyana zazo muzi'ze eka: mudire sanduke ya Mukama, mugiteke ku gali; muteke ebintu ebya zabu, byemumuwereza okuba ekiwebwayo olwomusango, mu bweta ku bali lyayo;
9 mugisindike egende. Awo mutegere, bweryambukira mu kubo eryensalo yayo okugenda Ebe-

sisemesi, awo nga ye yatukoze ekibi kino ekinene:
naye bwekitaliba bwekityo, awo tulitegera ngo-
mukonogwe sigwe gwatukuba; kyatugwira bu-
gwizi. Abasaja nebakola bwebatyo; nebadira 10
ente biri eziramulwa, nebazisiba ku gali, nebasiba
enyana zazo eka: nebateka sanduke ya Mukama 11
ku gali, ne bweta erimu emisonso egya zabu nebi-
fananyi byebizimba byabwe. Awo ente nezi- 12
kwata ekubo egolokofu erida Ebesisemesi; zaita
mu lugudo, nga zikaba nga zigenda, nezitakyama
ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono;
abami Babafirisiti nebazigoberera okutusa ku
nsalo Eyebesisemesi. Nababesisemesi bāli nga 13
bakungula eng'ano yabwe mu kiwonvu: nebai-
musa amaso gabwe nebalaba sanduke nebasa-
nyuka okugiraba. Egali neja mu nimiro ya Yo- 14
suwa Omubesisemesi neimirira eyo, awāli ejinja
edene: nebāsa emiti egyegali, nebawayo ente ezo
okuba ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama. Awo 15
Abalevi neba'sa sanduke ya Mukama ne bweta
eyali nayo omwali ebintu ebya zabu, nebabiteka
ku jinja eryo edene: Ababesisemesi nebawayo
ebiwebwayo ebyokebwa nebasala sadaka ku lunaku
olwo eri Mukama. Nabami abatano Ababafirisiti 16
bwebākiraba, nebadayo Ekeroni ku lunaku olwo.
Nebizimba ebya zabu Abafirisiti byebāwereza 17
Mukama okuba ekiwebwayo olwomusango bye
bino; ekya Asidoda kimu, ekya Gaza kimu, ekya
Asikeroni kimu, ekya Gasi kimu, ekya Ekeroni
kimu; nemisonso egya zabu ngebibuga byona 18
Ebyabafirisiti ebyabami abatano bwebyenkana
omuwendo, ebibuga ebiriko enkomera era ne-
mbuga ezomubyalo: okutusa ku jinja eryo
edene, kweba'sa sanduke ya Mukama, (eririwo)
na guno gujwa mu nimiro ya Yosuwa Omu-
besisemesi. Na'ta ku Babesisemesi, kubanga 19
bāli balingizi'za mu sanduke ya Mukama, na'ta
ye ku bantu abasaja obukumi butano mwensanvu:

abantu nebanakuwala, kubanga Mukama ya'ta
20 abantu okuta okunene. Ababesisemesi nebogera
nti Ani ainza okuimirira mu maso ga Mukama,
Katonda ono omutukuvu? era eri ani gyalirinya
21 ngatuvudeko? Nebatumira abo abatula mu Kiri-
asiyealimu ababaka, nga bogera nti Abafirisiti ba-
kome'zawo sanduke ya Mukama; muserengete
7 mwe, mugikime erinye gyemuli. Awo Abakiria-
siyealimu nebaja nebakima sanduke ya Mukama,
nebagireta mu nyumba ya Abinadabu ku lusozi,
nebatukuza Ereazala mutabaniwe okukumanga
sanduke ya Mukama.
2 Awo olwatuka okuva ku lunaku sanduke bwe-
yabera mu Kiriasiyealimu, newabawo ekisera
kinene; kubanga newabawo emyaka abiri: nenyu-
mba ya Isiraeri yona nebanonya Mukama nga
3 banakuwala. Awo Samuiri nagamba enyumba
ya Isiraeri yona nti Obanga mukomawo eri
Mukama nomutima gwamwe gwona, kale mu-
gyewo bakatonda abagenyi ne Bāsitalosi bave
mumwe, mutekeretekere Mukama emitima gya-
mwe, mumuwereze yeka: naye alibalokola mu
4 mukono Gwabafirisiti. Awo abana ba Isiraeri
nebalyoka bagyawo Babaali ne Bāsitalosi, neba-
wereza Mukama yeka.
5 Awo Samuiri nayogera nti Mukang'anye Isiraeri
yena baje Emizipa, nange ndibasabira eri Mukama.
6 Nebakung'anira Emizipa, nebasena ama'zi, neba-
gafuka mu maso ga Mukama, nebasība ku lunaku
olwo, nebogerera eyo nti Twasobya ku Mukama.
Samuiri nalamulira abana ba Isiraeri Emizipa.
7 Awo Abafirisiti bwebawulira ngabana ba Isiraeri
bakung'anide Emizipa, abami Babafirisiti nebata-
bala Isiraeri. Nabana ba Isiraeri bwebakiwulira
8 nebatya Abafirisiti. Abana ba Isiraeri nebagamba
Samuiri nti Toleka kukabira Mukama Katonda
wafe kulwafe atulokole mu mukono Gwabafirisiti.
9 Awo Samuiri nadira omwana wendiga ayonka,

nagiwayo okuba ekiwebwayo ekyokebwa ekiramba eri Mukama: Samuiri nakabira Mukama kulwa Isiraeri; Mukama namudamu. Awo 10
Samuiri ngawayo ekiwebwayo ekyokebwa, Abafirisiti nebasembera okulwana ne Isiraeri: naye Mukama nabwatuka okubwatuka okunene ku lunaku olwo ku Bafirisiti nabakeng'entereza; nebame'gebwa wansi mu maso ga Isiraeri. Abasaja 11
ba Isiraeri nebava mu Mizipa nebagoberera Abafirisiti nebaba'ta okutusa lwebatuka ku Besikala.
Awo Samuiri nadira ejinja, nalisimba wakati 12
Wemizipa ne Seni, nalituma erinya lyalyo Ebenezera, ngayogera nti Okutusa kakano Mukama atubede. Abafirisiti nebajemululwa bwebatyo, 13
nebatatuka lwa kubiri mu nsalo ya Isiraeri: nomukono gwa Mukama gwalwana Nabafirisiti enaku zona eza Samuiri. Nebibuga Abafirisiti 14
byebali bagye ku Isiraeri nebi'zibwa eri Isiraeri okuva ku Ekeroni okutusa ku Gasi; nensalo yabyo Isiraeri nagigya mu mukono Gwabafirisiti.
Ne Isiraeri Nabāmoli nebaba nemirembe. Sa- 15
muiri nalamulira Isiraeri enaku zona ezobulamubwe. Neyetololanga buli mwaka nagenda 16
Ebeseri ne Girigali ne Mizipa; nalamulira Isiraeri mu bifo ebyo byona. Nadangayo Erama kuba- 17
nga ye yali enyumbaye; nalamulira eyo Isiraeri: nazimba eyo ekyoto eri Mukama.

8

Awo olwatuka, Samuiri ngakadiye, nafula 1
batabanibe balamuzi ba Isiraeri. Nomuberye- 2
beryewe erinyalye Yoeri; nowokubiri erinyalye Abiya: bāli balamuzi mu Beeriseba. Batabanibe 3
nebatatambulira mu makuboge, naye nebakyama okugoberera ebintu, nebalya enguzi, nebalya ensonga.

4 Awo abakade ba Isiraeri bona nebalyoka baku-
5 ng'ana nebaja eri Samuiri Erama: nebamugamba nti Laba, gwoli mukade, ne batabanibo tebatambulira mu makubogo: kale tukolere kabaka atula-
6 mulenga ngamawanga gona. Naye ekigambo ekyo nekimunyiza Samuiri, bwebayogera nti Tuwe kabaka atulamulenga. Samuiri nasaba
7 Mukama. Mukama nagamba Samuiri nti Wulira edobozi lyabantu mu byona byebakugamba: kubanga tebakuganyi gwe, naye bang'anyi nze
8 neme okuba kabaka wabwe. Ngemirimu gyona bwegiri gyebakakola okuva ku lunaku lwenabagya mu Misiri okutusa lero, kubanga bandeka nebawereza bakatonda abalala, nawe bwebakukola
9 bwebatyo. Kale no kakano wulira edobozi lyabwe: naye onobategereza dala nobalaga kabaka bwalifanana alibafuga.
10 Awo Samuiri nabulira abantu abamusaba ka-
11 baka ebigambo bya Mukama byona. Nayogera nti Bwati bwalifanana kabaka alibafuga: alitwala batabani bamwe nabewandikira olwamagalige era okuba abasajabe abebegala embalasi; awo bana-
12 dukiranga mu maso gamagalige: era alibewandikira okuba abami benkumi nabami bātano; era (alisawo abamu) okulima ensiye nokukungula ebikungulwabye, nokuwesa ebintubye ebyokulwa-
13 nyisa nebintu ebyomumagalige. Era alitwala bawala bamwe okufumbanga ebyakalosa era okuba
14 abafumbiro era okuba abasisi. Era alitwala enimiro zamwe nensuku zamwe ezemizabibu nezemizeituni, ezisinga obulungi, naziwa abadube.
15 Era alitwala ekitundu ekyekumi ekyensigo zamwe nekyensuku zamwe ezemizabibu nagabira
16 abamibe nabadube. Era alitwala abadu bamwe nabazana bamwe nabalenzi bamwe abasinga obulungi nendogoi zamwe nabakoza emirimugye.
17 Alitwala ekitundu ekyekumi ekyendiga zamwe:
18 era muliba badube. Era mulikaba ku lunaku

olwo olwa kabaka wamwe gwemuliba mwerondede; so Mukama talibadiramu ku lunaku olwo.
Naye abantu nebagana okuwulira edobozi lya 19
Samuiri; nebogera nti Neda; naye twagala
kabaka atufuge; nafe tufanane ngamawanga gona; 20
kabaka wafe atusalirenga emisango, atabalenga
ngatukulembede atulwanirirenga entalo zafe.
Samuiri nawulira ebigambo byona ebyabantu, 21
nabyogera mu matu ga Mukama. Awo Mukama 22
nagamba Samuiri nti Wulira edobozi lyabwe
obakolere kabaka. Samuiri nagamba abasaja ba
Isiraeri nti Mudeyo buli muntu mu kibugakye.

9

Awo wāliwo omusaja wa Benyamini, erinyalye 1
Kisi, mutabani wa Abieri, mutabani wa Zerola,
mutabani wa Bekolasi, mutabani wa Afia, omwana Womubenyamini, omusaja owamānyi omuzira. Era yalina omwana, erinyalye Saulo, omu- 2
lenzi omulungi: so mu bana ba Isiraeri temwali
muntu eyamusinga obulungi: okuva ku bibega-
begabye nokwambuka yasinga abantu bona obu-
wanvu. Awo endogoi za Kisi kitawe wa Saulo 3
zali zibuze. Kisi nagamba Saulo mutabaniwe
nti Twala omu ku badu agende nawe ogolokoke
ogende ononye endogoi. Awo naita munsi eye- 4
nsozi eya Eferaimu naita ne munsi ya Salisa,
naye nebataziraba: awo nebaita munsi ya Saalimu,
nga teziri eyo: naita munsi Eyababenyamini,
naye nebataziraba. Awo bwebatuka munsi ya 5
Zufu, Saulo nagamba omuduwe eyali naye nti
Tugende tudeyo; kitange aleme okuleka okulo-
woza endogoi neyeralikirira fe. Namugamba nti 6
Laba no, mu kibuga muno mulimu omusaja wa
Katonda, era omusaja oyo bamusamu ekitibwa;
byona byayogera tebirema kutukirira: tugende

eyo kakano; mpo'zi yanainza okutubulira ebyo-
7 lugendo lwafe lwetutambula. Awo Saulo naga-
mba omuduwe nti Naye, laba, bwetunagenda,
kiki kyetunatwalira omusaja? kubanga emere
ewede mu bintu byafe, so tewali kirabo kyetuba
tutwalira omusaja wa Katonda: tulina ki?
8 Omudu namudamu Saulo nate nayogera nti Laba,
nina ekitundu ekyokuna ekya sekeri eya feza
mu ngalo zange: ekyo kyenamuwa omusaja wa
9 Katonda atulagirire ekubo lyafe. [Eda mu Isi-
raeri, omuntu bweyagendanga okubuza Katonda,
nayogeranga bwati nti Jangu tugende eri omu-
labi: kubanga aitibwa nabi kakano bamuitanga
10 mulabi eda.] Awo Saulo nagamba omuduwe nti
Oyogede bulungi; jangu tugende. Awo nebai-
ngira mu kibuga omwali omusaja wa Katonda.
11 Awo bwebāli balinya awayambukirwa mu kibuga,
nebasanga abawala abato nga bafuluma okusena
12 amazi, nebabagamba nti Omulabi ali wano? Ne-
babadamu nebogera nti Wāli; laba, ali mu ma-
sogo: yanguwa 'no, kubanga atuse mu kibuga
lero; kubanga abantu balina sadaka lero mu kifo
13 ekigulumivu: bwemunaba nga mutuse mu ki-
buga, munamulaba mangwago, nga tanaba kwa-
mbuka mu kifo ekigulumivu okulya: kubanga
abantu tebalye nga tanaja, kubanga yasabira
sadaka omukisa; awo abāitibwa nebalyoka balya.
Kale 'no kakano mwambuke; kubanga kakano
14 lwemunamulaba. Nebambuka mu kibuga; awo
bwebāli baingira mu kibuga, laba, Samuiri
nafuluma okubolekera, okwambuka mu kifo
ekigulumivu.
15 Awo Mukama yali abikulide Samuiri ngekyasi-
gadeyo olunaku lumu Samuiri okuja, ngayogera
16 nti Enkya nga mu kisera kino ndiwereza gyoli
omusaja ava munsi ya Benyamini, era olimufukako
amafuta okuba omukulu wabantu bange Isiraeri,
era yalirokola abantu bange mu mukono Gwaba-

firisiti: kubanga ntunulide abantu bange, kubanga
okukaba kwabwe kutuse gyendi. Awo Samuiri 17
bweyalaba Saulo, Mukama namugamba nti Laba
omusaja gwenakugambyeko! oyo yaliba nobuinza
ku bantu bange. Awo Saulo nasemberera Samuiri 18
mu mulyango nayogera nti Mbulira, nkwegairide,
enyumba eyomulabi weri. Samuiri namudamu 19
Saulo nayogera nti Nze mulabi; yambuka oku-
nkulembera mu kifo ekigulumivu, kubanga
munalya nange lero: awo enkya ndikusibula,
nenkubulira byona ebiri mu mutimagwo. Nendo- 20
goizo ezakamala enaku satu okubula, tozeralikiri-
rira; kubanga zirabise. Era byona ebyegombebwa
mu Isiraeri biriba byani? tebiriba bibyo gwe
nenyumba ya kitawo yona? Saulo nadamu nayo- 21
gera nti Nze siri Mubenyamini, owomukika
ekisinga obutono mu bika bya Isiraeri? nenyumba
yange siyesinga obutono mu nyumba zona ezekika
kya Benyamini? kale kiki ekikwogeza nange
bwotyo? Awo Samuiri natwala Saulo nomuduwe 22
nabaingiza munju eyabagenyi nabatuza mu kifo
ekyokumanjo mwabo abāitibwa, abantu ngasatu.
Samuiri nagamba omufumbiro nti Leta omugabo 23
gwenkuwade gwenkugambyeko nti Gutereke.
Omufumbiro nasitula ekisambi nebyakiriko naki- 24
teka mu maso ga Saulo. (Samuiri) nayogera nti
Laba ekyo ekiterekedwa! kiteke mu masogo olye;
kubanga kikuterekedwa okutusa ku biro ebyateke-
bwawo, kubanga nayogera nti Mpise abantu.
Awo Saulo nalya ne Samuiri ku lunaku olwo.
Awo bwebāli baserengese mu kibuga okuva mu 25
kifo ekigulumivu, natesa ne Saulo wagulu ku
nyumba. Nebagolokoka mu makya: awo olwa- 26
tuka obude nga bukya, Samuiri naita Saulo
wagulu ku nyumba ngayogera nti Golokoka,
nkutume ogende. Saulo nagolokoka nebafuluma
bombi, ye ne Samuiri. Bwebāli nga baserengeta 27
ekibuga wekikoma, Samuiri nagamba Saulo nti

Lagira omudu aitemu atukulembere [naitamu,] naye gwe imirira buimirizi mu kisera kino nku-
10 wulize ekigambo kya Katonda. Awo Samuiri nadira ecupa yamafuta nagafuka ku mutwegwe namunywegera nayogera nti Mukama siyakufuseko
2 amafuta okuba omukulu wobusikabwe? Bwonova gyendi lero, onolaba abasaja babiri ku malalo ga Lakeri, mu nsalo ya Benyamini Ezereza; awo banakugamba nti Endogoi zewagenda okunonya zirabise: era, laba, kitawo alesewo okulowoza endogoi nakweralikirira gwe ngayogera
3 nti Nakola ntya olwa mwana wange? Awo onovayo neweyongera okugenda mu maso notuka awali omwera gwa Tabola, newakusing'ana eyo abasaja basatu nga bambuka eri Katonda Ebeseri, omu ngasitula abana bembuzi basatu, nomulala ngasitula emigati esatu, nomulala ngasitula ekita
4 ekyomwenge: awo banakulamusa nebakuwa emigati ebiri: gyoba otola mu ngalo zabwe.
5 Nolyoka otuka ku lusozi lwa Katonda awali ekigo Ekyabafirisiti: awo olunatuka, bwonoba ngotuse eyo mu kibuga, onosing'ana nekibina kya banabi nga baserengeta nga bava mu kifo ekigulumivu nga balina entongoli nebitasa nendere nenanga nga bita-
6 kulembede; era banāba nga balagula: awo omwoyo gwa Mukama gunaja kugwe namanyi, nolagulira wamu nabo, nofuka okuba omuntu omulala.
7 Awo olunatuka, obubonero obwo nga bukutuseko, okolanga ngomukonogwo bwegunasanga bwebiri;
8 kubanga Katonda ali nawe. Era ononkulembera noserengeta Egirigali; nange, laba, ndiserengeta gyoli, okuwayo ebiwebwayo ebyokebwa nokusala sadaka ezebiwebwayo olwemirembe: olimalayo enaku musanvu ndyoke njije gyoli nenkutegeza
9 byoba okola. Awo olwatuka bweyakyusa amabegage okuva Samuiri wali, Katonda namuwa omutima omulala: obubonero obwo bwona nebutukirira ku lunaku olwo.

Awo bwebātukayo eri olusozi, laba, ekibina kya 10
banabi nekising'ana naye; omwoyo gwa Mukama
neguja kuye namānyi, nalagula mubo. Awo olwa- 11
tuka bona abamumanyanga eda bwebāmulaba, laba,
ngalagulira wamu ne banabi, awo abantu nga
bagambagana nti Kiki kino ekimujiride mutabani
wa Kisi? ne Saulo ali mu banabi? Awo omuntu 12
owomukifo omwo nadamu nayogera nti Ne
kitabwe yani? Kyerwava lufuka olugero nti Ne
Saulo ali mu banabi? Awo bweyamala okulagula, 13
naja mu kifo ekigulumivu.

Awo koja wa Saulo namugamba ye nomuduwe 14
nti Mwagenda wa? Nayogera nti Okunonya
endogoi: awo bwetwalaba nga tezirabise netuja
eri Samuiri. Koja wa Saulo nayogera nti Mbulira, 15
nkwegairide, Samuiri byeyabagamba. Saulo 16
nagamba kojawe nti Yatubulirira dala ngendogoi
zirabise. Naye ebigambo ebyobwakabaka, Samuiri
byeyayogera, teyamubulirako.

Samuiri naita abantu nabakung'anyiza eri 17
Mukama Emizipa; nagamba bwatyo abana ba 18
Isiraeri nti Bwatyo bwayogera Mukama, Katonda
wa Isiraeri, nti Nagya Isiraeri mu Misiri nemba-
lokola mu mukono Gwabamisiri ne mu mukono
gwobwakabaka bwona obwabajoganga: naye lero 19
muganyi Katonda wamwe, abalokola ye nyini mu
naku zamwe zona nobuinike bwamwe; era mumu-
gambye nti (Neda) naye sawo kabaka atufuge.
Kale 'no kakano mweyanjule mu maso ga Mukama
ngebika byamwe bwebiri, era ngenkumi zamwe
bweziri. Awo Samuiri nasembeza ebika byona 20
ebya Isiraeri, ekika kya Benyamini nekitwalibwa.
Nasembeza ekika kya Benyamini ngenyumba 21
zabwe bwezali, enyumba Eyabamateri netwalibwa:
Saulo mutabani wa Kisi natwalibwa; naye bwe-
bamunonya, nebatainza kumulaba. Awo nebeyo- 22
ngera okubuza Mukama nti Ekyasigadeyo omusaja
owokuja eno? Mukama nadamu nti Laba, yekwese

23 mu bintu. Nebaduka mbiro nebamugyayo; awo
bweyaimirira mu bantu, ngasinga abantu bona
obuwanvu okuva ku bibegabegabye nokwambuka.
24 Awo Samuiri nagamba abantu bona nti Mulabye
oyo Mukama gwalonze, nga tewali amwenkana
mu bantu bona? Abantu bona nebogerera
wagulu nebogera nti Kabaka abere omulamu.
25 Awo Samuiri nalyoka abulira abantu obwaka-
baka bwebulifanana, nabiwandika mu kitabo
nakitereka mu maso ga Mukama. Samuiri nasi-
ndika abantu bona bagende buli muntu mu
26 nyumbaye. Ne Saulo naye nagenda mu nyumba-
ye Egibea; newagenda naye egye Katonda beyali
27 akomyeko ku mitima gyabwe. Naye newabawo
abana ba Beriali abayogera nti Omusaja oyo alitu-
lokola atya? Nebamunyoma nebatamuletera
kirabo. Naye ye nasirika.

11

1 Awo Nakasi Omwamoni nayambuka nasisira
okwolekera Yabesigireada: abasaja bona Abeya-
besi nebagamba Nakasi nti Lagana nafe enda-
2 gano, nafe tulikuwereza. Nakasi Omwamoni
nabagamba nti Bwentyo bwenalagana namwe,
amaso gamwe gona agadyo gagyibwemu; nange
ndikiteka ku Isiraeri yena okuba ekivume.
3 Abakade Abeyabesi nebamugamba nti Tuwe
ebanga eryenaku musanvu tutume ababaka mu
nsalo zona eza Isiraeri: awo bwewataliba owokutu-
4 lokola, tulifuluma netuja gyoli. Awo ababaka
nebaja Egibea ekya Saulo nebogera ebigambo ebyo
mu matu gabantu: awo abantu bona nebaimusa
5 edobozi lyabwe nebakaba amaziga. Awo, laba,
Saulo naja ngagoberera ente okuva mu nimiro;
Saulo nayogera nti Abantu babade batya okukaba
amaziga? Nebamubulira ebigambo byabasaja

Abeyabesi. Awo omwoyo gwa Katonda neguja 6
ku Saulo namanyi, bweyawulira ebigambo ebyo,
obusungubwe nebwaka nyo. Awo nadira ente 7
biri nazitematema naziwereza okubuna ensalo
zona eza Isiraeri mu mikono gyababaka ngayogera
nti Buli atalifuluma okugoberera Saulo ne Samu-
iri, bwezityo enteze bwezirikolebwa. Ekitibwa
kya Mukama nekigwa ku bantu, nebafuluma
ngomuntu omu. Nababalira Ebezeka; awo abana 8
ba Isiraeri bāli obusirivu busatu, nabasaja ba Yuda
bāli obukumi busatu. Nebagamba ababaka abaja 9
nti Bwemutyo bwemunagamba abasaja Abeyabesigi-
reada nti Enkya, omusana nga gwase, mulifuna obu-
lokozi. Ababaka nebaja nebabulira abasaja Abeya-
besi; nebasanyuka. Abasaja Abeyabesi kyebava 10
bogera nti Enkya tulifuluma netuja gyemuli nemu-
tukola byona byemusima. Awo olwatuka enkya 11
Saulo nayawulamu abantu ebibina bisatu; nebatu-
ka wakati mu lusisira mu kisisimuka ekyenkya,
nebakuba Abamoni okutusa omusana lwegwakaza:
awo olwatuka abāsigalawo nebasasana okusigala
newatasigala babiri kubo abāli awamu. Abantu 12
nebagamba Samuiri nti Ani oyo eyayogera nti
Saulo alitufuga? leta abasaja abo tuba'te. Saulo 13
nayogera nti Tewabewo muntu ana'tibwa lero:
kubanga lero Mukama akoze obulokozi mu Isiraeri.
Awo Samuiri nagamba abantu nti Muje tugende 14
Egirigali, tunyuweze eyo nate obwakabaka.
Abantu bona nebagenda Egirigali; Saulo nebamu- 15
fulira eyo kabaka mu maso ga Mukama Egirigali;
nebasalira eyo sadaka ezebiwebwayo olwemirembe
mu maso ga Mukama; Saulo nabasaja bona aba
Isiraeri nebasanyukira nyo eyo.

12

1 Awo Samuiri nagamba Isiraeri yena nti Laba;
mpulide edobozi lyamwe mu byona byemwang'a-
2 mba, era nkoze kabaka okubafuga. Era, laba,
kakano kabaka atambulira mu maso gamwe: na-
nge ndi mukade, 'meze nenvi; era, laba, batabani
bange bali namwe: era natambulira mu maso
3 gamwe okuva ku buto bwange ne lero. Nze nzu-
no: munumirize mu maso ga Mukama ne mu
maso goyo gweyafukako amafuta: ani gwenanya-
gako enteye? obani gwenanyagako endogoiye?
obani gwenali ndyazamanyi'za? ani gwenali njo-
ze? obani gwenatolako mu ngaloze enguzi oku-
4 nzibya amaso? nange nãbasasula. Nebogera nti
Totulyazamanyanga so totujoganga, so totolanga
5 kintu mu ngalo zomuntu yena. Nabagamba nti
Mukama ye mujulirwa gyemuli noyo gweyafu-
kako amafuta ye mujulirwa lero nga mwe temu-
labye kintu mu mukono gwange. Nebogera nti
6 Ye mujulirwa. Samuiri nagamba abantu nti Ye
Mukama eyasawo Musa ne Aloni era eyabagya
7 bajaja bamwe munsi Yemisiri. Kale 'no kakano
muimirire buimirizi mpoze namwe mu maso ga
Mukama olwebikolwa byona ebyobutukirivu ebya
8 Mukama byeyakola mwe ne bajaja bamwe. Ya-
kobo bweyali atuse mu Misiri, bajaja bamwe
nebakabira Mukama, awo Mukama natuma Musa
ne Aloni eyabagya bajaja bamwe mu Misiri naba-
9 tuza mu kifo muno. Naye neberabira Mukama
Katonda wabwe, nabatunda mu mukono gwa Sise-
ra, omwami wegye lya Kazola ne mu mukono
Gwabafirisiti ne mu mukono gwa kabaka wa
10 Moabu, nebalwana nabo. Awo nebakabira Mu-
kama nebogera nti Twayonona kubanga twale-
ka Mukama netuwereza Babaali ne Bãsitalosi:
naye kakano tulokole mu mukono gwabalabe bafe,
11 netulyoka tukuwereza. Awo Mukama natuma

Yerubaali ne Bedani ne Yefesa ne Samuiri, nabalokola mu mukono gwabalabe bamwe enjuwi zona, nemutula mirembe. Awo bwemwalaba nga 12
Nakasi kabaka wabana ba Amoni ngabatabade, nemung'amba nti Neda, naye kabaka yalitufuga: Mukama Katonda wamwe nga ye kabaka wamwe.
Kale 'no kakano laba kabaka gwemulonze era 13
gwemusabye: era, laba, Mukama atadewo kabaka okubafuga. Bwemunatyanga Mukama nemumu- 14
wereza nemuwulira edobozirye nemutajemera kiragiro kya Mukama, mwe era ne kabaka abafuga nemugoberera Mukama Katonda wamwe, (kale):
naye bwemutaliwulira dobozi lya Mukama, naye 15
nemujemera ekiragiro kya Mukama, awo omukono gwa Mukama gulirwana namwe nga bwegwalwananga ne bajaja bamwe. Kale'no kakano muimi- 16
rire buimirizi mulabe ekigambo kino ekikulu Mukama kyanakolera mu maso gamwe. Lero sige 17
makungula geng'ano? Nāsaba Mukama awereze okubwatuka nenkuba: awo munamanya nemulaba ngobubi bwamwe bunene bwemwakola mu maso ga Mukama nga mwesabira kabaka. Awo 18
Samuiri nasaba Mukama; Mukama nawereza okubwatuka nenkuba ku lunaku olwo: abantu bona nebatya nyo Mukama ne Samuiri. Abantu 19
bona nebagamba Samuiri nti Basabire abadubo eri Mukama Katondawo tuleme okufa: kubanga twongede ku bibi byafe byona nekibi (kino), okwesabira kabaka. Samuiri nagamba abantu 20
nti Temutya: okukola mwakola ekibi kino kyona: naye temukyama obutagoberera Mukama, naye muwereze Mukama nomutima gwamwe gwona; so temukyama: kubanga (kwe kwandi- 21
bade) okugoberera ebitalimu ebitainza kugasa newakubade okulokola, kubanga tebirimu. Kuba- 22
nga Mukama talyabulira bantube olwerinyalye ekulu: kubanga Mukama yasima okubefulira yeka egwanga. Era nze kidire eri nze okusobya ku 23

Mukama nga ndekawo okubasabira: naye nabai-
24 girizanga ekubo edungi egolokofu. Kyoka mu-
tyenga Mukama mumuwerezenga mu mazima
nomutima gwamwe gwona: kubanga mulowoze
ebigambo byeyabakolera bwebyenkana obukulu.
25 Naye bwemuneyongeranga okukola ebibi, mulizi-
kirira mwe era ne kabaka wamwe.

13

1 SAULO yali nga yakamaze emyaka (asatu) bwe-
yatanula okufuga; nafugira Isiraeri emyaka ebiri.
2 Saulo neyerondera abasaja ba Isiraeri enkumi
satu; kwabo enkumi biri babanga ne Saulo Emi-
kimasi ne ku lusozi Olwebeseri, nolukumi baba-
nga ne Yonasani Egibea ekya Benyamini: naba-
ntu abalala bona nabasindika buli muntu mu
3 wemaye. Yonasani nakuba ekigo Ekyabafirisiti
ekyali Egeba, Abafirisiti nebakiwulira. Saulo
nafuwa ekondere okubuna ensi yona, ngayogera
4 nti Abeberaniya bawulire. Isiraeri yena nebawu-
lira nga bogera nga Saulo akubye ekigo Ekyaba-
firisiti era nga Isiraeri Abafirisiti bamutamidwa.
Abantu nebakung'anira Egirigali okugoberera
Saulo.
5 Awo Abafirisiti nebakung'ana okulwana ne
Isiraeri, amagali obukumi busatu, nabasaja abeba-
gala embalasi kakaga, nabantu abāli ngomusenyu
oguli ku tale lyenyanja obungi: nebambuka ne-
basisira Emikimasi, ku luwi olwebuvanjuba Olwe-
6 besiaveni. Awo abasaja ba Isiraeri bwebalaba
nga bali bubi [kubanga abantu bāli balabye ena-
ku,] awo abantu nebekweka mu mpuku ne mu
bisaka ne mu mainja ne mu mpampagama ne mu
7 binya. Era abamu ku Beberaniya bāli basomose
Yolidani nebagenda munsi ya Gada ne Gireada;
naye Saulo yali ngakyali Egirigali, abantu bona
nebamugoberera nga bakankana.

Namala enaku musanvu ngebiro bwebyali 8
Samuiri byeyatekawo: naye Samuiri nga tanaja
Egirigali; abantu nebasasana nga bamuvako.
Saulo nayogera nti Ndetera wano ekiwebwayo 9
ekyokebwa nebiwebwayo olwemirembe. Nawayo
ekiwebwayo ekyokebwa. Awo olwatuka nga 10
kyaje amale okuwayo ekiwebwayo ekyokebwa,
laba, Samuiri naja; Saulo nafuluma okumusisi-
nkana amulamuse. Samuiri nayogera nti Okoze 11
ki? Saulo nayogera nti Kubanga nalabye nga-
bantu basasanye nga banvako so nawe nga toja
mu biro ebyatekebwawo Nabafirisiti nga baku-
ng'anide Emikimasi; kyenavude njogera nti Aba- 12
firisiti banaserengeta Egirigali okulwana nange,
so sinaba kwegairira kisa kya Mukama: kyena-
vude negumikiriza nempayo ekiwebwayo ekyoke-
bwa. Awo Samuiri nagamba Saulo nti Wakoze 13
kya busirusiru: tokute kiragiro kya Mukama
Katondawo kyeyakulagira: kubanga kakano
Mukama yandinyuweze'za obwakabakabwo ku
Isiraeri enaku zona. Naye kakano obwakabaka- 14
bwo tebuliba bwa luberera: Mukama yenonye-
ze'za omusaja ali ng'anga omutimagwe ye, era
Mukama amutadewo okuba omukulu wabantube,
kubanga tokute ekyo Mukama kyeyakulagira.
Awo Samuiri nagolokoka nava Egirigali naya- 15
mbuka Egibea ekya Benyamini. Saulo nabala
abantu abäli awamu naye, abasaja nga lukaga.
Saulo ne Yonasani mutabaniwe nabantu abäli 16
awamu nabo nebatula Egeba ekya Benyamini:
naye Abafirisiti nebasisira Emikimasi. Abakwe- 17
kwesi nebava mu lusisira Olwabafirisiti ebibina
bisatu: ekibina kimu nebada mu kubo erigenda
Eyofera, munsi ya Suali: nekibina ekirala neba- 18
da mu kubo erigenda Ebesikoloni: nekibina
ekirala nebada mu kubo eryensalo woima wagulu
okutunulira ekiwonvu Zeboimu ku luwi olwolu-
kola.

19 Awo newatalabika muwesi munsi yona eya
Isiraeri: kubanga Abafirisiti nebogera nti Abe-
beraniya baleme okweweseza ebitala oba mafumu:
20 naye Abaisiraeri bona nebaserengeta eri Abafirisiti
okuwagala buli muntu enkumbiye nekiwabyokye
21 nemba'ziye nekifumukye; naye bālina muyamba
olwebifumu nebiwabyo namakato nemba'zi; no-
22 lwokuwagala emiwunda. Awo olwatuka mu biro
ebyentalo newatalabika kitala newakubade efumu
mu mukono gwomuntu yena kwabo abāli ne
Saulo ne Yonasani: naye Saulo ne Yonasani mu-
23 tabaniwe be bālina. Nabafirisiti abomukigo nebafuluma nebagenda awaitibwa mu Mikimasi.

14

1 Awo olunaku lwali lumu Yonasani mutaban
wa Saulo nagamba omulenzi eyasitulanga ebyo-
kulwanyisabye, nti Jangu tusomoke tugende eri
ekigo Ekyabafirisiti ekiri emitala weri. Naye
2 natabulira kitawe. Saulo nabera mu kitundu
Ekyegibea ekyenkomerero munda womukoma-
mawanga oguli Emigironi: nabantu abāli naye
3 bali abasaja nga lukaga; ne Akiya, mutabani wa
Akitubu, muganda wa Ikaboda, mutabani wa
Finekasi, mutabani wa Eri, kabona wa Mukama
mu Siro, ngayambade ekanzu. Abantu nebata-
4 manya nga Yonasani agenze. Awo wakati awai-
tibwa Yonasani weyali ayagala okufuluma oku-
tuka mu kigo Ekyabafirisiti, wāliwo ejinja eso-
ngovu eruwi nejinja esongovu eruwi: nerimu
erinya lyalyo Bozezi, nedala erinya lyalyo Sene.
5 Ejinja erimu lyali liimiride ku luwi olwobukika
obwa kono okwolekera Mikimasi, nedala ku luwi
6 olwobukika obwadyo okwolekera Geba. Awo
Yonasani nagamba omulenzi eyasitulanga ebyo-
kulwanyisabye nti Jangu tusomoke tugende eri

ekigo ekyabatali bakomole bano: mpo'zi Mukama
anatukolera omulimu: kubanga Mukama tewali
kimuziiza okulokola nabangi oba nabatono.
Eyasitula ebyokulwanyisabye namugamba nti 7
Kola byona ebiri mu mutimagwo: kyuka, laba,
nze ndi wamu nawe ngomutimagwo bweguli.
Awo Yonasani nayogera nti Laba, tunasomoka 8
netugenda eri abasaja netwerula gyebali. Bwe- 9
banatugamba nti Mubere eyo okutusa bwetunaja
gyemuli; awo tunaimirira buimirizi mu kifo
kyafe netutayambuka gyebali. Naye bwebana- 10
yogera nti Muje gyetuli; awo tunayambuka:
kubanga Mukama abagabude mu mukono gwafe:
era ako ke kanabera akabonero gyetuli. Awo 11
bombi neberula eri ekigo Ekyabafirisiti: Abafiri-
siti nebogera nti Laba, Abeberaniya bafuluma mu
binya mwebāli bekwese. Abasaja abomukigo 12
nebamudamu Yonasani noyo eyasitula ebyokulwa-
nyisabye nebogera nti Mwambuke gyetuli netu-
balaga ekigambo. Awo Yonasani nagamba eyasi-
tula ebyokulwanyisabye nti Yambuka okungobe-
rera: kubanga Mukama abagabude mu mukono
gwa Isiraeri. Awo Yonasani nalinya ngayavula 13
nengalo nebigere neyasitula ebyokulwanyisabye
ngamugoberera: nebagwa mu maso ga Yonasani;
neyasitula ebyokulwanyisabye naba'ta ngamuvako
nyuma. Era oku'ta okwo okwoluberyeberye 14
Yonasani neyasitula ebyokulwanyisabye kweba'ta
kwali kwa basaja ngamakumi abiri, nebanga lyali
nga kitundu kya lubimbi mu musiri gwetaka.
Newabawo okukankana mu lusisira ne mu nimiro 15
ne mu bantu bona; abomukigo nabakwekwesi
nebakankana nabo: ensi nekankana: awo newa-
bawo okukankana okunene enyo. Nabakumi ba 16
Saulo abāli Egibea ekya Benyamini nebatunula;
awo, laba, ekibina nekisereba, nebagenda eruwi
neruwi.

Awo Saulo nagamba abantu abāli naye nti 17

Mubale kakano, mulabe bwali atuvudemu. Awo
bwebābala, laba, Yonasani neyasitula ebyokulwa-
18 nyisabye nga tebaliwo. Saulo nagamba Akiya
nti Leta eno sanduke ya Katonda. Kubanga
sanduke ya Katonda yali eyo mu biro ebyo wamu
19 nabana ba Isiraeri. Awo olwatuka, Saulo ngayo-
gera ne kabona, oluyogano olwali mu lusisira
Olwabafirisiti nerubawo nerweyongera: Saulo
20 nagamba kabona nti 'Zayo omukonogwo. Awo
Saulo nabantu bona abāli naye nebakung'ana
nebaja okulwana: awo, laba, ekitala kya buli
muntu nekirwana ne mune (newaba) okukeng'e-
21 ntererwa okunene enyo. Awo Abeberaniya abāli
Nabafirisiti ngeda, abayambuka nabo mu lusisira
(okuva munsi) eyetolola; era nabo (nebakyuka)
okuba Nabaisiraeri abāli ne Saulo ne Yonasani.
22 Era bwebatyo nabasaja bona aba Isiraeri abāli
bekwese munsi eyensozi eya Eferaimu, bwebawu-
lira Abafirisiti nga baduse, era nabo nebabagobe-
23 rerera dala mu lutalo. Awo Mukama nalokola
bwatyo Isiraeri ku lunaku olwo: olutalo nerugu-
24 kira Ebesiaveni. Abantu ba Isiraeri nebalaba
enaku ku lunaku olwo: naye Saulo nalaiza aba-
ntu ngayogera nti Omuntu akolimirwe analya ku
mere yona okutusa akawungezi, nange nga maze
okuwalana egwanga ku balabe bange. Awo aba-
25 ntu nebatalega ku mere nomu. Abantu bona
nebatuka mu kibira; era wāliwo omubisi gwe-
26 njuki wansi. Awo abantu bwebali batuse mu
kibira, laba, omubisi gwenjuki nga gutonya:
naye newataba muntu eyateka engaloze ku ka-
27 mwa; kubanga abantu nebatya ekirairo. Naye
Yonasani teyawulira kitawe bweyalaiza abantu
ekirairo: kyeyava agolola omusa gwomugo ogwa-
li mu mukonogwe, nagunyika mu bisenge byenju-
ki, nateka engaloze ku kamwa; amasoge negalaba
28 bulungi. Awo omu ku bantu nadamu nayogera
nti Kitawo yakutira abantu ngabalaiza ekirairo

ngayogera nti Akolimirwe omuntu analya ku
mere lero. Abantu nebayongobera. Awo Yona- 29
sani nayogera nti Kitange anakuwazi'za ensi:
laba, nkwegairide, amaso gange bwegalabye obu-
lungi, kubanga ndezeko katono ku mubisi guno
ogwenjuki. Tebandisinze nyo abantu singa ba- 30
lide lero ku munyago ogwabalabe babwe gweba-
labye nebakuta? kubanga kakano tewabade ku'ta
kunene mu Bafirisiti. Neba'ta ku Bafirisiti ku 31
lunaku olwo okuva Emikimasi okutuka ku Aya-
loni: abantu nebayongobera nyo. Awo abantu 32
nebagwa ku munyago, nebanyaga endiga nente
nenyana nebazi'tira awo: abantu nebazirya awa-
mu nomusai. Awo nebamubulira Saulo nga 33
bogera nti Laba, abantu basobya ku Mukama
kubanga balya wamu nomusai. Nayogera nti
Mukusi'za: munjiringisize ejinja edene lero.
Saulo nayogera nti Musasane mu bantu mubaga- 34
mbe nti Mundetere wano buli muntu enteye na
buli muntu endigaye, muzi'tire wano mulye: so
temusobya ku Mukama nga mulya nomusai.
Abantu bona nebaleta buli muntu enteye wamu
naye ekiro ekyo nebazi'tira eyo. Saulo nazimbira 35
Mukama ekyoto: ekyo kye kyali ekyoto ekyolu-
beryeberye kyeyazimbira Mukama.

Awo Saulo nayogera nti Tuserengete tugoberere 36
Abafirisiti ekiro, tubanyage okutusa emambya
lwenesala, tuleme okusigaza omuntu kubo. Ne-
bogera nti Kola kyona kyona kyosima. Awo
kabona nayogera nti Tusemberere Katonda wano.
Saulo nabuza Katonda amagezi nti Nserengete 37
okugoberera Abafirisiti? onobagabula mu mukono
gwa Isiraeri? Naye natamudamu ku lunaku
olwo. Saulo nayogera nti Musembere wano, mwe 38
mwena abakulu babantu: mutegere mulabe ekibi
kino mwekibade lero. Kubanga Mukama alokola 39
Isiraeri nga bwali omulamu, newakubade nga
kibade mu Yonasani mutabani wange, taleme

kufa. Naye newataba muntu nomu mu bantu
40 bona eyamudamu. Awo nagamba Isiraeri yena
nti Mwe mubere ku luwi lumu, nange ne Yona-
sani mutabani wange tunaba ku luwi olulala.
Abantu nebagamba Saulo nti Kola nga bwosima.
41 Saulo kyeyava agamba Mukama, Katonda wa
Isiraeri, nti Laga ebyensonga. Awo (akalulu)
nekabagwako Saulo ne Yonasani: naye abantu
42 nebawona. Saulo nayogera nti Mukubire nze ne
Yonasani mutabani wange. Nekamugwako Yona-
43 sani. Awo Saulo nagamba Yonasani nti Mbulira
byokoze. Yonasani namubulira nayogera nti
Okulega naleze ku tubisi twenjuki nomusa gwomu-
go ogubade mu mukono gwange; awo, laba, ki-
44 ng'wanide okufa. Saulo nayogera nti Katonda
akole bwatyo nokukirawo: kubanga toleme kufa,
45 Yonasani. Abantu nebagamba Saulo nti Yona-
sani anafa akoze obulokozi buno obukulu mu
Isiraeri? Kidire eri: nga Mukama bwali omu-
lamu, tewaliba ku nvirize na lumu olunagwa
wansi; kubanga akolede wamu ne Katonda lero.
Awo abantu nebanunula bwebatyo Yonasani,
46 natafa. Awo Saulo naleka okugoberera Abafi-
risiti nayambuka: Abafirisiti nebadayo ewabwe.
47 Awo Saulo bweyamala okulya obwakabaka
bwa Isiraeri, nalwana nabalabebe bona enjuwi
zona, Moabu nabana ba Amoni ne Edomu ne
bakabaka ba Zoba Nabafirisiti: awo naberalikiri-
48 zanga buli gyeyakyukanga yona. Nakola ebyo-
buzira nakuba Abamaleka, nalokola Isiraeri mu
mikono gyabo ababanyaganga.
49 Ne batabani ba Saulo bali Yonasani ne Isivi
ne Malikisua: namanya ga bawalabe ababiri
gagano; omuberyeberye erinyalye Merabu,
50 nomuto erinyalye Mikali: ne mukazi wa Saulo
erinyalye yali Akinoamu omwana wa Akimaazi:
nomukulu wegyerye erinyalye yali Abinera
mutabani wa Nera muganda wa kitawe wa Saulo.

Ne Kisi yali kitawe wa Saulo; ne Nera kitawe wa 51
Abinera yali mutabani wa Abieri.

Awo nebalwana nyo nyini Nabafirisiti enaku 52
zona eza Saulo: awo Saulo bweyalabanga omuntu
yena owamānyi oba omuzira yena, namwesengezanga.

15

Awo Samuiri nagamba Saulo nti Mukama 1
yantuma okukufukako amafuta okuba kabaka
wabantube Isiraeri: kale no kakano wulira
edobozi lyebigambo bya Mukama. Bwatyo bwa- 2
yoger: Mukama owegye nti Ne'kānya ebyo Ama-
leka byeyakola Isiraeri, bweyesimbawo okumu-
ziiza mu kubo, bweyalinya okuva mu Misiri.
Kakano genda okube Amaleka, ozikiririze dala 3
byona byebalina, so tobasasira; naye ba'te abasaja
nabakazi, omwana omuwere nayonka, ente nendiga,
eng'amira nendogoi.

Awo Saulo naita abantu nababalira Eteraimu, 4
abasaja abatambula nebigere obusirivu bubiri,
nabasaja ba Yuda kakumi. Saulo natuka ku 5
kibuga kya Amaleka natēgera mu kiwonvu.
Saulo nagamba Abakeni nti Mugende muvewo 6
muserengete okuva mu Bamaleka neme okubaziki-
riza awamu nabo: kubanga mwakola ebyekisa
abana ba Isiraeri bona, bwebava mu Misiri. Awo
Abakeni nebava mu Bamaleka. Saulo nakuba 7
Abamaleka, okuva Ekavira ngogenda Esula, ekyo-
lekera Misiri. Nawamba Agaga kabaka Waba- 8
maleka, nazikiririza dala abantu bona nobwogi
bwekitala. Naye Saulo nabantu nebasonyiwa 9
Agaga nendiga ezasinga obulungi nente nebya
sava nabana bendiga nebirungi byona, nebagana
okubizikiririza dala: naye ebibi byona era ebitali
bya muwendo ebyo nebabizikiririza dala.

Awo ekigambo kya Mukama nekiryoka kijira 10

11 Samuiri ngayogera nti Nenenye'za kubanga
nakuza Saulo okuba kabaka: kubanga a'zeyo
enyuma obutangoberera so takoze biragiro byange.
Awo Samuiri nasunguwala; nakabira Mukama
12 okukesa obude. Awo Samuiri nagolokoka mu
makya okusisinkana ne Saulo enkya; nebamubu-
lira Samuiri nti Saulo yatuka ku Kalameri, era,
laba, neyesimbira ekijukizo, nakyuka naitamu
13 naserengeta Egirigali. Awo Samuiri naja eri
Saulo: Saulo namugamba nti Owebwe Mukama
14 omukisa: nkoze ekiragiro kya Mukama. Awo
Samuiri nayogera nti Okubejagala kuno okwe-
ndiga 'no okuli mu matu gange makulu ki,
15 nokung'ong'a kwente kwempulira? Saulo nayo-
gera nti Bazigye ku Bamaleka nebazireta: kuba-
nga abantu nebasonyiwa endiga nente ezasinga obu-
lungi, okuwayo sadaka eri Mukama Katondawo;
16 nebirala tubizikiriri'za dala. Awo Samuiri na-
gamba Saulo nti Soka oleke nange nakubulira
Mukama byang'ambye ekiro kino. Namugamba
17 nti Yogera. Samuiri nayogera nti Newakubade
nga wali mutono mu masogo gwe, tewafuka mutwe
gwa bika bya Isiraeri? Mukama nakufukako ama-
18 futa okuba kabaka wa Isiraeri; Mukama naku-
tuma olugendo, nayogera nti Genda ozikiririze dala
abalina ebibi abo Abamaleka, olwane nabo okutusa
19 lwebalimalibwawo. Kale kiki 'no ekyakulobera
okugondera edobozi lya Mukama, naye nogwa ku
munyago, nokola ebyali ebibi mu maso ga
20 Mukama? Saulo nagamba Samuiri nti Okugo-
ndera ng'ondede edobozi lya Mukama, neng'enda
olugendo Mukama lweyantuma, nendeta Agaga
kabaka wa Amaleka, nenzikiririza dala Abamaleka.
21 Naye abantu nebatola ku munyago endiga nente,
ebyasinga mwebyo ebyawongebwa, okuwerayo eri
22 Mukama Katondawo Egirigali. Samuiri nayogera
nti Mukama asanyukira ebiwebwayo ebyokebwa
ne sadaka okwenkana nga bwasanyukira okugo-

ndera edobozi lya Mukama? Laba, okugonda kusinga sadaka obulungi, nokuwulira kusinga amasavu gendiga enume. Kubanga okujema kuli ng'anga ekibi ekyobufumu, nobukakanyavu buli ng'anga okusinza ebifananyi ne baterafi. Kubanga oganyi ekigambo kya Mukama, naye akuganyi obutaba kabaka. Awo Saulo nagamba Samuiri nti Nayonona: kubanga nasobya ekiragiro kya Mukama nebigambobyo: kubanga natya abantu neng'ondera edobozi lyabwe. Kale 'no kakano, nkwegairide, sonyiwa ekibi kyange, okyukire wamu nange nate nsinze Mukama. Samuiri nagamba Saulo nti Sideyo nawe: kubanga oganyi ekigambo kya Mukama, ne Mukama akuganyi obutaba kabaka wa Isiraeri. Awo Samuiri bweyakyuka okwegendera, nakwata ekirenge kyekyambalokye nekiyulika. Awo Samuiri namugamba nti Mukama akuyuzi'zako obwakabaka bwa Isiraeri lero, nabuwa muliranwawo akusinga obulungi. Era Mânyi ga Isiraeri talirimba so talyenenya: kubanga si muntu yenenye. Nalyoka ayogera nti Nayonona: naye nzisamu ekitibwa kakano, nkwegairide, mu maso gabakade babantu bange ne mu maso ga Isiraeri, okyukire wamu nange nate nsinze Mukama Katondawo. Awo Samuiri nakyuka nate okugoberera Saulo; Saulo nasinza Mukama.

Awo Samuiri nalyoka ayogera nti Mundetere wano Agaga kabaka Wabamaleka. Agaga naja gyali ngakumba. Agaga nayogera nti Mazima obubalagaze bwokufa buise. Samuiri nayogera nti Ngekitalakyo bwekyafulanga abakazi obutaba na bana, bwatyo nyoko bwaliba talina bana mu bakazi. Awo Samuiri natemeratemera Agaga mu maso ga Mukama Egirigali.

Awo Samuiri nalyoka agenda Erama; Saulo nayambuka mu nyumbaye Egibea ekya Saulo. Samuiri nataja nate okulaba Saulo okutusa ku

lunaku kweyafira; kubanga Samuiri yanakuwalira Saulo: Mukama neyenenya kubanga yafula Saulo kabaka wa Isiraeri.

16

1 Awo Mukama nagamba Samuiri nti Olitusa wa okunakuwalira Saulo nze nga maze okumugana obutaba kabaka wa Isiraeri? juza ejemberyo amafuta ogende, nakutuma eri Yese Omubesirekemu:
2 kubanga nerabide kabaka mu batabanibe. Samuiri nayogera nti Nyinza ntya okugenda? Saulo bwalikiwulira, alinzita. Mukama nayogera nti Twala ente endusi ogende nayo oyogere nti Nzi'ze
3 okuwayo sadaka eri Mukama. Noita Yese aje ku sadaka, nange ndikulaga bwolikola: era olinfukira
4 amafuta kwoyo gwendikwatulirako erinya. Awo Samuiri nakola ekyo Mukama kyeyayogera naja Ebesirekemu. Abakade bekibuga nebaja okumusisinkana nga bakankana nebogera nti O'ze
5 mirembe? Nayogera nti Mirembe: nzize okuwayo sadaka eri Mukama: mwetukuze muje nange tugende ku sadaka. Natukuza Yese ne batabanibe
6 nabaita okuja ku sadaka. Awo olwatuka nga batuse natunulira Eriabu nayogera nti Mazima Mukama gwafukako amafuta ali mu masoge.
7 Naye Mukama nagamba Samuiri nti Totunulira masoge newakubade embalaye bweri empanvu; kubanga 'muganyi: kubanga (Mukama) talaba ngabantu bwebalaba; kubanga abantu batunulira okufanana okwokungulu, naye Mukama atunulira
8 mutima. Awo Yese nalyoka aita Abinadabu namuisa mu maso ga Samuiri. Nayogera nti So
9 noyo Mukama tamulonze. Awo Yese naisawo Sama. Nayogera nti So noyo Mukama tamulonze.
10 Yese naisa mu maso ga Samuiri musanvu ku batabanibe. Samuiri nagamba Yese nti Mukama talonze
11 abo. Samuiri nagamba Yese nti Abanabo bona

bali wano? Nayogera nti Ekyasigadeyo omuto,
era, laba, alunda endiga. Samuiri nagamba Yese
nti Tuma bamukime: kubanga tetutule okutusa
lwanaja eno. Natuma namuingiza. Era yali 12
mumyufu namasoge nga malungi era eyegombebwa
okutunulirwa. Mukama nayogera nti Golokoka
omufukeko amafuta: kubanga ye wuyo. Awo 13
Samuiri nalyoka adira ejembe eryamafuta, namu-
fukako amafuta wakati mu bagandabe: omwoyo
gwa Makama neguja ku Daudi namanyi okuva ku
lunaku olwo nokweyongerayo. Awo Samuiri
nagolokoka nagenda Erama.

Awo omwoyo gwa Mukama gwali guvude ku 14
Saulo, nomuzimu omubi ogwava eri Mukama
negumunakuwaza. Awo abadu ba Saulo neba- 15
mugamba nti Laba 'no, omuzimu omubi oguva eri
Katonda gukunakuwaza. Mukama wafe alagire 16
kakano abadubo, abali mu masogo, okunonya
omusaja omukubi wenanga owamagezi: awo olu-
natukanga omuzimu omubi oguva eri Katonda
bwegunabanga kugwe, awo anakubanga enanga
nengaloze nawe oliwona. Saulo nagamba aba- 17
dube nti Mundabire 'no omusaja ainza okukuba
obulungi mumundetere. Awo omu ku balenzi 18
nadamu nayogera nti Laba, nalaba mutabani wa
Yese Omubesirekemu, omukubi wenanga owa-
magezi, era omusaja owamānyi omuzira, era omu-
lwanyi, era omutegevu okwogera, era omuntu
omulungi, ne Mukama ali naye. Saulo kyeyava 19
atumira Yese ababaka nayogera nti Mpereza
Daudi mutabaniwo ali nendiga. Yese nadira 20
endogoi (nagiti'ka) emigati nekita ekyomwenge
nomwana wembuzi, nabiwereza Saulo mu mu-
kono gwa Daudi mutabaniwe. Awo Daudi naja 21
eri Saulo naimirira mu masoge: namwagala nyo;
nasitulanga ebyokulwanyisabye. Saulo natumira 22
Yese ngayogera nti Nkwegairide Daudi aimiri-
renga mu maso gange; kubanga aganze mu maso

23 gange. Awo olwatukanga omuzimu omubi ogwava eri Katonda bwegwabanga ku Saulo, Daudi nadiranga enangaye nakuba nengaloze: awo Saulo nawēranga nawona, omuzimu omubi negumuvako.

17

1 Awo Abafirisiti nebakung'anya egye lyabwe okulwana, nebakung'anira Esoko ekya Yuda, nebasisira wakati Wesoko ne Azeka mu Efesi-
2 damimu. Saulo nabasaja ba Isiraeri nebakung'ana nebasisira mu kiwonvu Era, nebasimba
3 enyiriri okulwana Nabafirisiti. Abafirisiti nebaimirira ku lusozi eruwi ne Isiraeri naimirira ku lusozi eruwi: newaba ekiwonvu wakati wabwe.
4 Ne mu lusisira Olwabafirisiti nemuva omuzira, erinyalye Goliasi, Owegasi, obuwanvubwe emikono
5 mukaga koluta. Era yali atikide sepewo eyekikomo ku mutwegwe, nayambala ekizibawo ekyekikomo; nobuzito bwekizibawo bwali sekeri enku-
6 mi tano ezekikomo. Era yali ayambade ku magulu ebyebikomo, (era yalina) nefumu eryeki-
7 komo ku kibegabegakye. Nolunyago lwefumulye lwali ng'anga omuti ogulukirwako engoye; nefumulye lye nyini obuzito bwalyo sekeri kikumi ezekyuma: noyo eyasitulanga engaboye namu-
8 kulemberanga. Awo naimirira nalangira egye lya Isiraeri nabagamba nti Mwafulumira ki okusimba enyiriri zamwe? nze siri Mufirisiti namwe badu ba Saulo? mwerondere omusaja aserengete
9 gyendi. Bwanainza okulwana nange nanzita, awo tunaba badu bamwe: naye bwenamusinga ne'mu'ta, awo mwe munaba badu bafe nemutu-
10 wereza. Omufirisiti nayogera nti Nsomoze'za egye lya Isiraeri lero; mumpe omusaja tulwane
11 fembi. Awo Saulo ne Isiraeri yena bwebawulira

ebigambo ebyo Ebyomufirisiti, nebakeng'entererwa nebatya nyo.

Awo Daudi yali mwana wa Mweferasi oyo Owebesirekemuyuda, erinyalye Yese; era yalina batabanibe munana: era omusaja yali mukade ku mirembe gya Saulo ngakotakota mu bantu. Ne batabani ba Yese abakulu abasatu bāli bagoberede Saulo mu ntalo: ne batabanibe abasatu abagenda mu ntalo amanya gabwe Eriabu omuberyeberye neyamudako Abinadabu nowokusatu Sama. Ne Daudi ye yali omuto: nabakulu abasatu nebagoberera Saulo. Era Daudi nading'ananga okuva eri Saulo okulunda endiga za kitawe Ebesirekemu. Omufirisiti nasemberanga enkya nakawungezi, neyeyolekeranga enaku amakumi ana.

Awo Yese nagamba Daudi mutabaniwe nti Twalira 'no bagandabo efa eyeng'ano eno ensike nemigati gino ekumi, noyanguwa nobitwala mu lusisira eri bagandabo; notwalira omukulu wolukumi lwabwe ebitole bino ekumi ebyamata amakwafu, nolaba bagandabo bwebali, nobagyako omusingo gwabwe. Era Saulo nabo nabasaja bona aba Isiraeri bāli mu kiwonvu Era, nga balwana Nabafirisiti. Daudi nagolokoka enkya mu makya, nalekera endiga omusumba nadira (ebintu) nagenda nga Yese bweyamulagira: natuka mu kifo ekyamagali, egye eryali lifuluma okulwana nga balanga emiruka egyobulwa. Awo Isiraeri Nabafirisiti nebasimba enyiriri, egye nga lyolekera egye. Daudi naleka omugugugwe mu mukono gwomukumi wemigugu, naduka mbiro eri egye naja nalamusa bagandabe. Awo bweyali anyumya nabo, laba, newayambuka oyo omuzira, Omufirisiti Owegasi, erinyalye Goliasi, ngava mu nyiriri Ezabafirisiti nayogera ngebigambo ebyobwe byali: Daudi nabiwulira. Awo abasaja bona aba Isiraeri bwebalaba omusaja nebamuduka nebatya nyo.

25 Abasaja ba Isiraeri nebogera nti Mulabye omusaja
oyo ayambuse? mazima okusomoza Isiraeri kya-
vude ayambuka: awo olunatuka omuntu ana-
mu'ta kabaka anamugagawaza nobugaga bungi,
era anamuwa ne muwalawe, era anafula enyumba
26 ya kitawe okuba eyedembe mu Isiraeri. Awo
Daudi nayogera nabasaja abāli baimiride okumu-
lirana nti Omuntu anakolwa atya ana'ta Omu-
firisiti ono, nagya ekivume ku Isiraeri? kubanga
Omufirisiti ono atali mukomole yani asomoze
27 egye lya Katonda omulamu? Abantu nebamu-
damu bwebati nga bogera nti Bwatyo bwana-
28 kolwa omuntu anamu'ta. Ne Eriabu mugandawe
omukulu nawulira bweyayogera nabasaja; obu-
sungu nebumukwata Eriabu eri Daudi, nayogera
nti Oserengetede ki? nendiga ezo entono wazi-
rekera ani mu lukola? Manyi amalalago nekyejo
ekiri mu mutimagwo, kubanga oserengese oku-
29 laba olutalo. Daudi nayogera nti Nkoze ki ka-
30 kano? Tewali nsonga? Namuvako nakyukira
omulala nayogera ebigambo ebimu nebyo: abantu
nebamudamu nate bwebatyo nga bwebamu'zemu
31 oluberyeberye. Awo ebigambo bwebyawulirwa
Daudi byeyayogera nebabyogerera mu maso ga
32 Saulo; namutumya. Daudi nagamba Saulo nti
Omuntu yena aleme okugwamu omwoyo kulu-
lwe; omuduwo anagenda nalwana Nomufirisiti
33 oyo. Saulo nagamba Daudi nti Toinza kusi-
ng'ana na Mufirisiti oyo okulwana naye: kubanga
gwe mulenzi bulenzi, naye musaja mulwanyi
34 okuva mu butobwe. Daudi nagamba Saulo nti
Omuduwo yakumanga endiga za kitawe; awo
bwewajanga empologoma oba dubu negya omwana
35 wendiga mu kisibo, nenfulumanga nengigoberera
nengikuba nengiwonya nga ngigya mu kamwa
kayo: awo bweyangolokokerangako nengikwata
36 ku kirevu kyayo nengikuba nengi'ta. Omuduwo
yakuba empologoma era ne dubu: Nomufirisiti

oyo atali mukomole aliba ngemu kuzo kubanga
asomoze'za egye lya Katonda omulamu. Daudi 37
nayogera nti Mukama eyamponya mu njala
zempologoma ne mu njala za dubu, alimponya
(ne) mu mukono Gwomufirisiti oyo. Saulo na-
gamba Daudi nti Genda era Mukama anaba nawe.
Awo Saulo nayambaza Daudi ebyambalobye, 38
namutikira enkufira eyekikomo ku mutwegwe,
namwambaza ekizibawo ekyekikomo. Awo 39
Daudi neyesiba ekitalakye ku byambalobye, na-
gezako okugenda; kubanga yali tanaba kubye-
gezamu. Awo Daudi nagamba Saulo nti Siinza
kugenda na bino; kubanga sinabyegezamu.
Daudi nabyeyambulamu. Nadira omugogwe mu 40
mukonogwe, neyerondera amainja amawewēvu
atano mu kaga, nagateka mu nsawo eyomusumba
gyeyalina, mu ndyangaye; nenvumuloye yali
mu mukonogwe: nasemberera Omufirisiti. Awo 41
Omufirisiti naja namusemberera Daudi; nomu-
saja eyasitula engabo namukulembera. Awo 42
Omufirisiti bweyamagamaga nalaba Daudi, na-
munyoma: kubanga yali mulenzi bulenzi, era
mumyufu, namasoge nga malungi. Omufirisiti 43
nagamba Daudi nti Nze mbwa nokuja noja
gyendi nemigo? Omufirisiti nakolimira Daudi
eri bakatondabe. Omufirisiti nagamba Daudi 44
nti Jangu gyendi ngabire omubirigwo enyonyi
ezomubanga nensolo ezomunsiko. Awo Daudi 45
nagamba Omufirisiti nti Oja gyendi nekitala
nolunyago nefumu: naye nze njija gyoli mu
linya lya Mukama owegye, Katonda wegye lya
Isiraeri, lyosomoze'za. Lero Mukama anaku- 46
gabula mu mukono gwange; era nakukuba
nenkugyako omutwegwo; era nagabira enyonyi
ezomubanga nensolo ezomunsiko emirambo egye-
gye Eryabafirisiti; ensi zona zitegere nga mulimu
Katonda mu Isiraeri: era ekibina kino kyona 47
kitegere nga Mukama talokola na kitala na

fumu: kubanga olutalo lwa Mukama, naye ana-
48 bagabula mu mukono gwafe. Awo olwatuka Omufirisiti bweyagolokoka nasembera okusisinkana ne Daudi, awo Daudi nayanguwa naduka mbiro eri egye okusisinkana Nomufirisiti.
49 Awo Daudi naingiza engaloze mu nsawoye nagyamu ejinja nalivumula nakuba Omufirisiti ekyenyi; ejinja neriingira mu kyenyikye, nagwa
50 amasoge nga wansi. Awo Daudi nawangula bwatyo Omufirisiti nenvumulo nejinja, nakuba Omufirisiti namu'ta; naye nga temuli kitala mu
51 mukono gwa Daudi. Awo Daudi naduka mbiro naimirira ku Mufirisiti, nadira ekitalakye nakisowola mu kirato kyakyo, namu'ta namutemako omutwe nakyo. Awo Abafirisiti bwebalaba omu-
52 zira wabwe ngafude nebaduka. Awo abasaja ba Isiraeri naba Yuda nebagolokoka nebogerera wagulu nebagoberera Abafirisiti okutusa lwotuka Egai ne ku miryango gya Ekeroni. Nabafirisiti abafumitibwa ebiwundu nebagwa ku kubo erida
53 Esaalimu, okutusa Egasi ne Ekeroni. Abana ba Isiraeri nebaleka okugoberera Abafirisiti neba-
54 komawo nebanyaga olusisira lwabwe. Awo Daudi nadira omutwe Gwomufirisiti nagutwala Eyerusalemi; naye nateka ebyokulwanyisabye mu wemaye.
55 Era Saulo bweyalaba Daudi ngafuluma okulwana Nomufirisiti, nagamba Abinera, omukulu wegye, nti Abinera, omulenzi ono ye mwana wani? Abi-
nera nayogera nti Nga gwe bwoli omulamu, ai ka-
56 baka, simanyi. Kabaka nayogera nti Buza kitawe
57 womuvubuka oyo bwali. Awo Daudi bweyali akomawo nga'se Omufirisiti, Abinera namutwala namuleta eri Saulo ngalina omutwe Gwomufirisiti mu
58 mukonogwe. Saulo namugamba nti Gwe mwana wani, omulenzi gwe? Daudi nadamu nti Nze mwana
18 wa muduwo Yese Omubesirekemu. Awo olwatuka bweyamala okwogera ne Saulo, ememe ya

Yonasani negatibwa nememe ya Daudi, Yonasani
namwagala ngememeye ye. Saulo namutwala ku 2
lunaku olwo natamuganya kudayo nate eka mu
nyumba ya kitawe. Awo Yonasani ne Daudi 3
nebalagana endagano kubanga yamwagala ngeme-
meye ye. Yonasani neyeyambulamu omunagi- 4
rogwe gweyali ayambade nagumuwa Daudi, ne-
kyambalokye, era nekitalakye nomutegogwe nolu-
kobalwe. Daudi nagendanga buli Saulo gyeya- 5
mutumanga naisa namagezi: Saulo namufula
omukulu wabasaja abalwanyi, abantu bona neba-
kisima, era nabadu ba Saulo.

Awo olwatuka nga baja, Daudi bweyakomawo 6
nga'se Omufirisiti, abakazi nebava mu bibuga
byona ebya Isiraeri, nga baimba era nga bazina,
okusisinkana ne kabaka Saulo, nga balina ebitasa,
nga basanyuka, nga bakute ebivuga. Abakazi 7
nebaimbiragana nga bazanya nebogera nti

Saulo a'se enkumize,
Ne Daudi obukumibwe.

Saulo nasunguwala nyo ekigambo ekyo nekimu- 8
nyiza; nayogera nti Daudi bamuwade obukumi,
nange bampade enkumi zoka: kale ainza okweyo-
ngera okuba na ki wabula obwakabaka? Awo 9
Saulo namutunulira Daudi (neriso ebi) okuva ku
lunaku olwo nokweyongerayo.

Awo olwatuka enkya omuzimu omubi ogwava 10
eri Katonda neguja ku Saulo namânyi, nalagulira
wakati mu nyumba: Daudi nakuba enanga nenga-
loze nga bweyakolanga buli lunaku: era Saulo
yalina efumulye mu ngaloze. Saulo nakasuka 11
efumu; kubanga nayogera nti Nafumita Daudi
okukwasa nekisenge. Daudi nevewomera mu
masoge emirundi ebiri. Awo Saulo natya Daudi 12
kubanga Mukama yali naye, era ngavude ku Saulo.
Saulo kyeyava amugya wali namufula omukuluwe 13
owolukumi: nafulumanga naingira mu maso ga-
bantu. Daudi naisa namagezi mu makuboge gona; 14

15 era Mukama yali naye. Awo Saulo bweyalaba
ngaisa namagezi mangi nyo, namutekemukira.
16 Naye Isiraeri yena ne Yuda nebamwagala Daudi;
kubanga yafulumanga naingira mu maso gabwe.
17 Awo Saulo nagamba Daudi nti Laba, muwala
wange omukulu Merabu ndikumuwa okumufu-
mbirwa: kyoka ombereranga omuzira olwanenga
entalo za Mukama. Kubanga Saulo yayogera nti
Omukono gwange guleme okumubako, naye omu-
18 kono Gwabafirisiti gumubeko. Awo Daudi naga-
mba Saulo nti Nzani, nobulamu bwange kiki, oba
enyumba ya kitange mu Isiraeri, nze okuba muko-
19 domi wa kabaka? Naye olwatuka ebiro bwebyaja
bwekyagwanira okumuwa Daudi Merabu muwala
wa Saulo, awo nebamuwa Aderieri Omumekolasi
20 okumufumbirwa. Awo Mikali muwala wa Saulo
namwagala Daudi: nebamubulira Saulo, ekigambo
21 ekyo nakisima. Saulo nayogera nti Ndimumuwa
abere ekyambika gvali, nomukono Gwabafirisiti
gulwane naye. Saulo kyeyava agamba Daudi nti
Lero onoba mukodomi wange omulundi ogwoku-
22 biri. Awo Saulo nalagira abadube nti Mutese ne
Daudi mu kyama mwogere nti Laba, kabaka aku-
sanyukira nabadube bona bakwagala: kale 'no
23 kakano bera mukodomi wa kabaka. Awo abadu
ba Saulo nebogera ebigambo ebyo mu matu ga
Daudi. Daudi nayogera nti Mukiita kigambo
kitono okuba mukodomi wa kabaka, nzali omu-
24 saja omwavu era gwebataitamu ka buntu? Abadu
ba Saulo nebamubulira nga bogera nti Bwatyo
25 Daudi bwayogede. Saulo nayogera nti Bwemutyo
bwemunagamba Daudi nti Kabaka tayagala kasimo
kona, wabula ebikuta Byabafirisiti kikumi, oku-
walana egwanga ku balabe ba kabaka. Era Saulo
yali alowoza oku'sa Daudi omukono Gwabafirisiti.
26 Awo abadube bwebamubulira Daudi ebigambo
ebyo, Daudi nasima nyo okuba mukodomi wa
27 kabaka. Awo enaku nga tezinaba kuitawo, Daudi

nagolokoka nagenda, ye nabasajabe, na'ta ku Bafirisiti abasaja ebikumi bibiri ; Daudi naleta ebikuta byabwe, nebabiwa kabaka omuwendo nga gutukiride, alyoke abere mukodomi wa kabaka. Awo Saulo namuwa Mikali muwalawe okumufumbirwa. Saulo nalaba nategera nga Mukama ali ne Daudi ; 28
ne Mikali muwala wa Saulo namwagala. Awo 29
Saulo neyeyongera nate okutya Daudi, Saulo naba mulabe wa Daudi enaku zona.

Awo abami Babafirisiti nebalyoka batabala : 30
awo olwatuka buli lwebatabalanga, Daudi naisanga namagezi nasinga abadu ba Saulo bona ; erinyalye neryatikirira nyo.

19

Awo Saulo nagamba Yonasani mutabaniwe na- 1
badube bona ba'te Daudi. Naye Yonasani muta- 2
bani wa Saulo yamusanyukira nyo Daudi. Yonasani nabulira Daudi ngayogera nti Saulo kitange ayagala okuku'ta : kale 'no kakano, nkwegairide, wekume enkya obere mu kifo ekyekyama wekise : nange nafuluma nenyimirira ku mabali ga kitange 3
mu nimiro mwoli, era natesa ne kitange ebigambobyo ; era bwendiraba ekigambo kyona, ndikubulira. Awo Yonasani nayogera ne Saulo kitawe 4
ngamutenda Daudi obulungi namugamba nti Kabaka tayononanga muduwe Daudi ; kubanga takwononanga gwe, era kubanga ebikolwabye byabanga birungi nyo gyoli : kubanga yateka obula- 5
mubwe mu mukonogwe nakuba Omufirisiti, Mukama nakolera Isiraeri yena obulokozi obukulu : wabulaba nosanyuka : kale kiki ekikwagaza okwonona omusai ogutaliko musango, oku'ta Daudi awatali nsonga ? Saulo nawulira edobozi lya Yo- 6
nasani : Saulo nalaira nti Mukama nga bwali omulamu, tali'tibwa. Yonasani naita Daudi, Yonasani 7
namutegeza ebigambo ebyo byona. Yonasani na-

leta Daudi eri Saulo, nabanga mu masoge ngoluberyeberye.
8 Newaba entalo nate: Daudi natabala nalwana
Nabafirisiti, naba'ta oku'ta okunene; nebaduka
9 mu masoge. Awo omuzimu omubi ogwava eri
Mukama gwali ku Saulo, ngatude mu nyumbaye
ngakute efumulye mu ngaloze; ne Daudi ngakuba
10 enanga nengaloze. Awo Saulo nagezako okumufumita Daudi nokumukwasa nekisenge nefumu;
naye neyemulula mu maso ga Saulo, nakuba efumu
mu kisenge: Daudi naduka nawona ekiro ekyo.
11 Awo Saulo natuma ababaka mu nyumba ya Daudi,
okumukuma, bamu'te enkya: Mikali mukazi wa
Daudi namubulira ngayogera nti Bwotowonye
12 bulamubwo ekiro kino, onotibwa enkya. Awo
Mikali namu'siza Daudi mu kituli: nagenda na-
13 duka nawona. Mikali nadira terafi namuteka mu
kitanda, nateka ekigugu (ekyebyoya) byembuzi
14 ku mutwetwe, nakibikako embugo. Awo Saulo
bweyatuma ababaka okukwata Daudi, nayogera
15 nti Alwade. Saulo natuma ababaka okulaba
Daudi ngayogera nti Mumundetere mu kitanda
16 ndyoke mu'te. Awo ababaka bwebaingira, laba,
terafi ngali mu kitanda, ekigugu (ekyebyoya) bye
17 mbuzi nga kiri ku mutwetwe. Saulo nagamba
Mikali nti Onimbide ki bwotyo, nota omulabe
wange agende nokuwona awonye? Mikali namudamu Saulo nti Yang'ambye nti Kang'ende; nandiku'tide ki?
18 Awo Daudi naduka nawona naja eri Samuiri
Erama, namubulira byona Saulo byeyamukola.
19 Ye ne Samuiri nebagenda nebatula Enayosi. Neba-
mubulira Saulo nti Laba, Daudi ali Enayosi mu
20 Lama. Saulo natuma ababaka okukwata Daudi:
awo bwebalaba ekibina kya banabi nga balagula
ne Samuiri ngaimiride nga gwe mutwe gwabwe,
awo omwoyo gwa Katonda neguja ku babaka ba
21 Saulo, nebalagula nabo. Awo bwebamubulira

Saulo, natuma ababaka abalala, era nabo nebalagula. Awo Saulo natuma ababaka nate omulundi ogwokusatu, era nabo nebalagula. Awo naye 22
nagenda Erama, naja awali olu'zi olunene oluli Eseku: nabuza nayogera nti Balirudawa Samuiri ne Daudi? Newaba eyayogera nti Laba, bali Enayosi mu Lama. Nagendayo Enayosi mu Lama: 23
omwoyo gwa Katonda neguja kuye era, neyeyongerayo nalagula okutusa lweyaja Enayosi mu Lama. Era naye neyeyambulamu engoyeze, naye nalagu- 24
lira mu maso ga Samuiri, nagalamira nga taliko kyayambade nazibya obude obwo nakesa obude. Kyebava bogera nti Ne Saulo ali mu banabi?

20

Awo Daudi naduka okuva Enayosi mu Lama 1
naja nayogera mu maso ga Yonasani nti Nkoze ki? buliwa obutali butukirivu bwange? era kiriwa ekibi kyange mu maso ga kitawo nanonya obulamu bwange? Namugamba nti Kidire eri; toja kufa: 2
laba, kitange tabako kyakola oba kikulu oba kitono kyatambikulira nange: era kitange yandinkwekede ki ekigambo ekyo? si bwekiri. No- 3
kulaira Daudi nalaira nayogera nti Kitawo amanyira dala nga ng'anze mu masogo; nayogera nti Yonasani tamanyanga kino, aleme okunakuwala: naye mazima nga Mukama bwali omulamu, era nga nawe bwoli omulamu, wakati wange nokufa wasigade kata buta. Awo Yonasani nalyoka aga- 4
mba Daudi nti Buli kintu ememeyo kyeyagala kyona okukola ndikukolera. Awo Daudi naga- 5
mba Yonasani nti Laba, enkya omwezi gunaboneka, nange sandiremye kutula ne kabaka ngalya: naye kang'ende nekweke mu nsiko okutusa ku lunaku olwokusatu akawungezi. Kitawo bwana- 6
mbuza nokubuza, nolyoka oyogera nti Daudi

andaze nganegairira nyo lero agende mangu Ebesirekemu ekyalokye: kubanga sadaka gyeri eya
7 buli mwaka eyenyumbaye yona. Awo bwanayogera nti Bulungi; omuduwo anaba nemirembe:
naye bwanasunguwala, awo tegera ngatese'za aka-
8 bi. Kale kola omuduwo bulungi: kubanga waingiza omuduwo mu ndagano ya Mukama nawe:
naye obanga obutali butukirivu buli munze, nzita weka; kubanga wandindetede ki eri kitawo?
9 Yonasani nayogera nti Kireme okukubako nakatono: kubanga mbera kumanya nakatono nga
kitange ateseza akabi okukujako, awo sandikubu-
10 lide? Awo Daudi nagamba Yonasani nti Kitawo
11 bwanaba ngaku'zemu nebogo alimbulira ani? Yonasani nagamba Daudi nti Jangu tufulume tugende mu nsiko. Nebafuluma bombi nebagenda mu nsiko.
12 Awo Yonasani nagamba Daudi nti Mukama, Katonda wa Isiraeri, (abere mujulirwa); bwenaba nga maze okukemereza kitange nga mu kisera kino enkya oba ku lwokusatu, laba, bwewaliba obulungi eri Daudi, awo sirikutumira nenkikubi-
13 kulira? Mukama akole bwatyo Yonasani nokukirawo, kitange bwaliba ngasimye okukukola obubi, nesikikubikulira nenkusindika ogende mirembe: era Mukama abere nawe nga bweyabanga
14 ne kitange. Nawe olindaga ekisa kya Mukama nga nkyali mulamu, neme okufa; so si kukomera
15 awo, era naye nenaku zona tolisalako kisakyo ku nyumba yange: wewawo, okutusa Mukama lwalimala okusalako abalabe ba Daudi buli omu kunsi
16 yona. Awo Yonasani nalaganą endagano nenyumba ya Daudi nti Ne Mukama aligivunana mu
17 mukono gwabalabe ba Daudi. Yonasani nalaiza Daudi nate, olwokwagala kweyamwagala: kubanga yamwagala nga bweyayagala ememeye ye.
18 Awo Yonasani nalyoka amugamba nti Enkya omwezi gunaboneka: era banakumagamaga, ku-

banga entebeyo eneba njerere. Awo bwolimala 19
enaku satu, noserengeta mangu noja mu kifo mwe-
wekwekera ekigambo ekyo bwekyaliwo, nobera
awali ejinja Ezeri. Nange ndirasa obusale busatu 20
ku mabali galyo, ngateba sabawa. Awo, laba, 21
nditumа omwana nga njogera nti Genda ononye
obusale. Bwendimugamba omwana nti Laba,
obusale buli ku luwi luno gyendi: awo nobu-
twala noja; kubanga waliwo emirembe gyoli so
tewali kabi, nga Mukama bwali omulamu. Naye 22
bwendimugamba omwana bwentyo nti Laba, obu-
sale buli ku luwi olwomumasogo: awo newege-
ndera; kuba Mukama ngakusindise. Era ekiga- 23
mbo ekyo kyetwayogerako gwe nange, laba, Mu-
kama ali wakatiwo nange enaku zona.

Awo Daudi neyekweka mu nsiko: awo omwezi 24
bwegwaboneka, kabaka neyetulira okulya ku
mere. Kabaka natula ku ntebeye ngolulala, ye 25
ntebe eriranye ekisenge; Yonasani naimirira,
Abinera natula ku lubirizi lwa Saulo: naye ente-
be ya Daudi yali njerere. Naye Saulo teyaliko 26
kyeyayogera ku lunaku olwo: kubanga yalowoza
nti Aliko kyabade, si mulongofu; mazima si mu-
longofu. Awo olwatuka enkya omwezi nga guma- 27
ze okuboneka, (lwe lunaku) olwokubiri, entebe ya
Daudi neba njerere: Saulo nagamba Yonasani
mutabaniwe nti Kiki ekimulobera mutabani wa
Yese okuja ku mere newakubade jo newakubade
lero? Yonasani namudamu Saulo nti Daudi 28
yandaga nganegairira nyo okugenda Ebesirekemu:
nayogera nti Leka ng'ende, nkwegairide; kubanga 29
enyumba yafe balina sadaka mu kyalo; ne muga-
nda wange yandagira (okubawo): kale 'no obanga
ng'anze mu masogo, leka negendere, nkwegairide,
ndabe baganda bange. Kyeyava alema okuja ku
meza ya kabaka. Awo obusungu nebumukwata 30
Saulo eri Yonasani namugamba nti Gwe omwana
womukazi omukakanyavu omujemu, simanyi nga

walonda mutabani wa Yese okwekwasa ensonyi,
31 nokukwasa ensonyi obwerere bwa nyoko? Kuba
mutabani wa Yese ngakyali mulamu ku taka, toli-
nyuwezebwa gwe newakubade obwakabakabwo.
Kale 'no kakano tuma omunkimire, kubanga tale-
32 me kufa. Yonasani namudamu Saulo kitawe
namugamba nti Ekinaba kimu'sa kiki? akoze ki?
33 Saulo nakasuka efumulye okumufumita: Yonasani
kweyategerera kitawe ngamaliride oku'ta Daudi.
34 Awo Yonasani nagolokoka ku meza ngaliko ekiru-
wi kingi, natalya ku mere yona ku lunaku olwo-
kubiri olwomwezi: kubanga yanakuwalira Daudi,
kubanga kitawe yali amuwemukide.
35 Awo olwatuka enkya Yonasani nafuluma na-
genda mu nsiko mu kisera kyeyalagana ne Daudi,
36 nomulenzi omuto ngali naye. Nagamba omu-
lenziwe nti Duka ononye 'no obusale bwendasa.
Omulenzi ngaduka nalasa akasale ku luwi olwo-
37 mumasoge. Awo omulenzi bweyatuka mu kifo
ekyakasale Yonasani kyalasi'za, Yonasani nako-
wola omulenzi nayogera nti Akasale tekali ku luwi
38 olwomumasogo? Yonasani nakowola omulenzi nti
Terako, yanguwa, tolwawo. Omulenzi wa Yona-
39 sani nalonda obusale, naja eri mukamawe. Naye
omulenzi teyaliko kyeyategera: Yonasani ne Daudi
40 boka be bamanya ekigambo. Awo Yonasani na-
muwa omulenziwe ebintubye, namugamba nti
41 Genda ozitwale mu kibuga. Awo omulenzi nga-
genze Daudi nagolokoka mu (kifo) ekyali ku luwi
olwobukika obwadyo, navunama amasoge wansi
nakutama emirundi esatu: nebanywegeragana ne-
bakaba boka na boka okutusa Daudi lweyaingiriza.
42 Yonasani nagamba Daudi nti Genda mirembe ku-
banga tulaide fembi mu linya lya Mukama nga
twogera nti Mukama anabanga wakati wange nawe
era wakati wezade lyange nezaderyo, enaku zona.
Nagolokoka neyegendera: Yonasani naingira mu
kibuga.

21

Awo Daudi natuka Enobu eri Akimereka ka- 1
bona: Akimereka naja okusisikana Daudi ngaka-
nkana namugamba nti Oberede ki omu, so tewali
muntu nawe? Daudi nagamba Akimereka kabona 2
nti Kabaka yantuma omulimu nang'amba nti
Tewaba muntu anamanya ekigambo kyona ekyo-
mulimu gwenkutuma newakubade byenkulagide:
era nabalagira abalenzi egindi negindi. Kale 'no 3
kiki ekiri wansi womukonogwo? mpa emigati
etano mu mukono gwange oba kyona ekiriwo.
Awo kabona namudamu Daudi nayogera nti 4
Tewali mugati bugati wansi womukono gwange,
naye omugati omutukuvu gwe guliwo; kyoka
abalenzi obanga bekumye obutakwata ku bakazi.
Daudi namudamu kabona namugamba nti Mazima 5
twaziizibwa obutaba na bakazi enaku nga satu;
bwenavayo, ebintu byabalenzi byali bitukuvu,
newakubade nga lugendo bugendo; kale lero
ebintu byabwe tebirisinga nyo kuba bitukuvu?
Awo kabona namuwa (emigati) emitukuvu: 6
kubanga teyaliyo mugati wabula emigati egyoku-
laga, egyagyibwanga mu maso ga Mukama, okusawo
emigati egibuguma ku lunaku kwegyagyirwawo.
Era omuntu owokubadu ba Saulo yaliyo ku 7
lunaku olwo, ngaziizibwa mu maso ga Mukama;
nerinyalye yali Doega Omwedomu, omukulu
wabasumba ba Saulo. Daudi nagamba Akimereka 8
nti Era tewali wano fumu newakubade ekitala wansi
womukonogwo? kubanga saleta wamu nange
kitala kyange'newakubade ebyokulwanyisa byange,
kubanga omulimu gwa kabaka gwali gwa kwa-
nguwa. Kabona nayogera nti Ekitala kya Goliasi 9
Omufirisiti gwewa'tira mu kiwonvu Era, laba, kiri
wano nga kizingidwa mu kiwero nyuma wekanzu:
oba oyagala okutwala ekyo, kitwale; kubanga

tewali kirala wano wabula ekyo. Daudi nayogera nti Tewali kikyenkana ekyo; kimpe.
10 Awo Daudi nagolokoka naduka ku lunaku olwo olwokutya Saulo, nagenda eri Akisi kabaka
11 Wegasi. Abadu ba Akisi nebamugamba nti Daudi oyo siye kabaka wensi? tebaimbiragana kuye nga bazina, nga bogera nti

Saulo a'se enkumize,
Ne Daudi obukumibwe?

12 Daudi natereka ebigambo ebyo mu mutimagwe
13 natya nyo Akisi kabaka Wegasi. Awo nawanyisa empisaze mu maso gabwe, neyeralusalalusa mu mikono gyabwe, nayagulayagula ku nzigi eza wankaki, nakulukusa amalusu mu birevubye.
14 Awo Akisi nalyoka agamba abadube nti Abafe, mulabye omusaja ngagudemu edalu: kale mumu-
15 letede ki gyendi? Mbulidwa abalalu, nokuleta nemuleta olusaja luno okulakulira mu maso gange? olusaja luno lunaingira mu nyumba yange?

22

1 Daudi kyeyava avayo, naduka natuka ku mpuku ya Adulamu: awo bagandabe nenyumba ya kitawe yona bwebakiwulira, nebaserengeta
2 nebagendayo gyali. Awo buli muntu eyali alaba enaku na buli muntu eyalina ebanja na buli eyalina obuinike, nebakung'ana gyali; nafuka omukulu wabwe: awo newaba naye abasaja nga bikumi bina.
3 Awo Daudi navayo nagenda Emizipe ekya Moabu: nagamba kabaka wa Moabu nti Kitange ne mange bafulume babe namwe, okutusa lwendi-
4 manya Katonda byalinkolera. Awo nabaleta mu maso ga kabaka wa Moabu: nebatula naye ekisera
5 kyona Daudi ngakyali mu mpuku. Awo nabi

Gada nagamba Daudi nti Tobera mu mpuku ; wegendere, otuke munsi ya Yuda. Awo Daudi neyegendera natuka mu kibira Keresi.

Awo Saulo nawulira nga Daudi alabise nabasaja 6
abāli naye: era Saulo yali atude Egibea, munda womumyuliru mu Lama, ngakute efumulye mu ngalo, nabadube bona bāli baimiride okumwetolola. Saulo nagamba abadube abali baimiride 7
okumwetolola nti Muwulire 'no, mwe Ababenyamini ; mutabani wa Yese alibawa buli muntu kumwe enimiro nensuku ezemizabibu, alibafula mwena okuba abami benkumi era abami bebikumi ; mwena nemunekobana, so tewali ambikulira mu- 8
tabani wange bwalagana endagano ne mutabani wa Yese, so tewali kumwe ansaside, newakubade antegeza nga mutabani wange yamperera omudu wange okutega nga lero ? Awo Doega Omwedomu, 9
eyaimirira awali abadu ba Saulo, nalyoka adamu nayogera nti Nalaba mutabani wa Yese ngaja Enobu, eri Akimereka mutabani wa Akitubu. Namubuliza eri Mukama namuwa ebyokulya 10
namuwa ekitala kya Goliasi Omufirisiti. Awo 11
kabaka nalyoka atuma okuita Akimereka kabona, mutabani wa Akitubu, nenyumba yona eya kitawe, bakabona abāli Enobu: nebaja bona eri kabaka. Saulo nayogera nti Wulira 'no, gwe mutabani 12
wa Akitubu. Nadamu nti Nze nzuno, mukama wange. Saulo namugamba nti Mwanekobanira ki, 13
gwe ne mutabani wa Yese, kubanga wamuwa emigati nekitala, nomubuliza eri Katonda, angolokokereko, okutēga nga lero ? Awo Akimereka 14
namudamu kabaka nayogera nti Erani ku badubo bona amwenkana Daudi obwesigwa, ye mutabani wa kabaka, era aingizibwa mu kutesakwo era owekitibwa mu nyumbayo ? Nsose lero okumu- 15
buliza eri Katonda ? kidire eri : kabaka aleme okumusako omuduwe ekigambo kyona, newakubade enyumba ya kitange yona : kubanga omu-

duwo taliko kyamanyi ku bino byona, newakubade
16 ebitono newakubade ebingi. Kabaka nayogera
nti Toleme kufa, Akimereka, gwe nenyumba ya
17 kitawo yona. Awo kabaka nagamba abambowa
abāli baimiride okumwetolola nti Mukyuke mu'te
bakabona ba Mukama; kubanga nomukono gwabwe guli ne Daudi, era kubanga bāmanya nga
vaduka, nebatakimbikulira. Naye abadu ba
kabaka nebagana okusawo omukono gwabwe
18 okugwa ku bakabona ba Mukama. Awo kabaka
nagamba Doega nti Kyuka gwe obagweko bakabona. Awo Doega Omwedomu nakyuka nagwa
ku bakabona, na'ta ku lunaku olwo abantu kinana
mwabatano abayambalanga ekanzu eya bafuta.
19 Ne Nobu, ekibuga kya bakabona, naki'ta nobwogi
bwekitala, abasaja era nabakazi, abana abato
nabayonka, nente nendogoi nendiga, nobwogi
20 bwekitala. Awo omwana omu owa Akimereka,
mutabani wa Akitubu, erinyalye Abiasala, nawona
21 naduka okugoberera Daudi. Abiasala nabulira
22 Daudi Saulo nga'se bakabona ba Mukama. Awo
Daudi nagamba Abiasala nti Namanya ku lunaku
olwo, Doega Omwedomu bweyaliyo, nga talirema
kumubulira Saulo: nze na'sa abantu bona abomu-
23 nyumba ya kitawo. Gwe bera nange, totya; kubanga oyo anonya obulamu bwange anonya obulamubwo: kubanga awali nze onobanga mirembe.

23

1 Awo nebamubulira Daudi nti Laba, Abafirisiti
2 balwana ne Keira, era banyaga amawuliro. Daudi
kyeyava abuza Mukama nti Ngende nkube Abafirisiti abo? Mukama nagamba Daudi nti Genda
3 okube Abafirisiti olokole Keira. Abasaja ba Daudi nebamugamba nti Laba, tutiride wano mu
Yuda: kale tetulisinga nyo bwetuligenda Ekeira

okulwana negye Lyabafirisiti? Awo Daudi na- 4
lyoka abuza Mukama nate olwokubiri. Mukama
namudamu nayogera nti Golokoka oserengete
ogende Ekeira; kubanga ndigabula Abafirisiti
mu mukonogwo. Awo Daudi nabasajabe neba- 5
genda Ekeira, nebalwana Nabafirisiti, nebanyaga
ente zabwe, nebaba'ta oku'ta okunene. Awo
Daudi nalokola abātula Ekeira.

Awo olwatuka, Abiasala mutabani wa Akime- 6
reka bweyaduka eri Daudi Ekeira, yaserengeta
ngalina ekanzu mu mukonogwe. Nebamubulira 7
Saulo nga Daudi atuse Ekeira. Saulo nayogera
nti Katonda amugabude mu mukono gwange:
kubanga aziizibwa olwokuingira mu kibuga eki-
rina enzigi nebisiba. Awo Saulo naita abantu 8
bona okutabala, okuserengeta okugenda Ekeira,
okuzingiza Daudi nabasajabe. Daudi nategera 9
Saulo ngamwagaliza akabi; nagamba Abiasala
kabona nti Leta wano ekanzu. Awo Daudi nayo- 10
gera nti Ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, omu-
duwo awuliride dala Saulo ngayagala okuja
Ekeira, okuzikiriza ekibuga kulwange. Abasaja 11
Abekeira balimpayo mu mukonogwe? Saulo
aliserengeta, ngomuduwo bwawulide? Ai Muka-
ma, Katonda wa Isiraeri, nkwegairide, bulira
omuduwo. Mukama nayogera nti Aliserengeta.
Awo Daudi nalyoka ayogera nti Abasaja Abekeira 12
balimpayo nze nabasaja bange mu mukono gwa
Saulo? Mukama nayogera nti Balikuwayo.
Awo Daudi nabasajabe, abāli nga lukaga, nebago- 13
lokoka nebegendera okuva mu Keira nebagenda
buli gyebainza okugenda. Nebamubulira Saulo
Daudi ngawonye okuva mu Keira; nalekayo
okutabala.

Awo Daudi natula mu lukola mu bigo, nabera 14
munsi eyensozi mu lukola Olwezifu. Saulo na-
munonyanga buli lunaku, naye Katonda natamu-
gabula mu mukonogwe. Daudi nalaba nga Saulo 15

atabade okunonya obulamubwe: era Daudi yali
16 mu lukola Olwezifu mu kibira. Awo Yonasani
mutabani wa Saulo nagolokoka, nagenda eri
Daudi mu kibira, nanyuweza omukonogwe mu
17 Katonda. Namugamba nti Totya: kubanga
omukono gwa Saulo kitange tegulikulaba; era
gwoliba kabaka wa Isiraeri nange ndikudirira
obukulu; era nekyo Saulo kitange akimanyi.
18 Awo abo bombi nebalaganira endagano mu maso
ga Mukama: Daudi nabera mu kibira, Yonasani
19 nadayo mu nyumbaye. Awo Abezifu nebambuka
nebaja eri Saulo Egibea nga bogera nti Daudi te-
yekweka ewafe mu bigo mu kibira ku lusozi
Kakira oluli ku luwi olwobukika obwadyo olwo-
20 lukola. Kale 'no kakano, ai kabaka, serengeta,
ngememeyo yona bweyagala okuserengeta; nafe
okumuwayo mu mukono gwa kabaka kuliba
21 kwafe. Saulo nayogera nti Muwebwe Mukama
22 omukisa; kubanga munsaside. Mugende, mbe-
gairide, mweyongere okwetegereza, mumanye mu-
labe ekifokye wabera neyamulabayo: kubanga
23 bambulira ngasala amagezi mangi nyo. Kale
mulabe, muzige ebifo byona mwatēgera mweye-
kweka, nemukomawo gyendi so temulema kuja,
nange ndigenda namwe: awo olulituka, obanga
ali munsi, ndimunonya nemulaba mu nkumi zona
24 eza Yuda. Awo nebagolokoka nebagenda Ezifu
okukulembera Saulo: naye Daudi nabasajabe bāli
mu lukola Olwemaoni, mu Alaba ku luwi olwo-
25 lukola olwobukika obwadyo. Saulo nabasajabe
nebagenda okumunonya. Nebamubulira Daudi:
kyeyava aserengeta awali olwazi, nabera mu luko-
la Olwemaoni. Awo Saulo bweyakiwulira, nago-
26 berera Daudi mu lukola Olwemaoni. Saulo
nagenda ku bali lyolusozi eruwi, ne Daudi naba-
sajabe ku bali lyolusozi eruwi: Daudi nayanguya
okuvayo olwokutya Saulo; kubanga Saulo naba-
sajabe nebazingiza Daudi nabasajabe enjuwi zona

okubakwata. Naye newaja omubaka eri Saulo 27
ngayogera nti Yanguyako oje ; kubanga Abafirisiti bakwekwese munsi. Awo Saulo nalekayo 28
okugoberera Daudi nadayo, natabala Abafirisiti : ekifo ekyo kyebāva bakituma Seraka'malekosi. Awo Daudi navayo nayambuka nabera mu bigo 29
ebya Engedi.

24

Awo olwatuka Saulo bweyakomawo ngamaze 1
okugoberera Abafirisiti, nebamubulira nti Laba, Daudi ali mu' lukola olwa Engedi. Awo Saulo 2
natwala abasaja enkumi satu abālondebwa mu Isiraeri yena, nagenda okunonya Daudi nabasajabe ku njazi ezembulabuzi. Naja ku bisibo bye- 3
ndiga mu kubo awali empuku ; Saulo naingira okubika ku bigerebye. Era Daudi nabasajabe bāli batude mu bifo ebyomumpuku ebyakomererayo munda. Abasaja ba Daudi nebamugamba 4
nti Laba, olunaku Mukama lweyakugambako nti Laba, ndigabula omulabewo mu mukonogwo, era olimukola nga bwolisima. Awo Daudi nagolokoka nasalako ekirenge kyekyambalo kya Saulo mu kyama. Awo olwatuka oluvanyuma Daudi nalu- 5
mwa omwoyo, kubanga yasalako ekirenge kya Saulo. Nagamba abasajabe nti Mukama akidize 6
eri nze nkole mukama wange Mukama gweyafukako amafuta ekigambo kino, okumugololerako omukono gwange kubanga ye wuyo Mukama gweyafukako amafuta. Awo Daudi naziiza abasajabe 7
nebigambo ebyo, natabaganya kumugolokokerako Saulo. Awo Saulo nagolokoka nava mu mpuku neyegendera. Awo ne Daudi nagolokoka oluva- 8
nyuma nava mu mpuku nakowola Saulo ngayogera nti Mukama wange kabaka. Awo Saulo bweyakebuka, Daudi navunama amasoge wansi

9 neyeyanza. Daudi nagamba Saulo nti Kiki ekikuwuliza ebigambo byabantu nga bogera nti
10 Laba, Daudi ayagala okukukola akabi? Laba, lero amasogo galabye Mukama bwabade akugabude mu mukono gwange lero mu mpuku: era wabadewo abang'ambye okuku'ta: naye (eriso lyange) nerikusasira; neng'amba nti Sija kugolola mukono gwange ku mukama wange; kubanga
11 ye wuyo Mukama gweyafukako amafuta. Era, kitange, laba, wewawo, laba ekirenge kyekyambalokyo mu ngalo zange: kale kubanga nsazeko ekirenge kyekyambalokyo nesiku'ta, tegera olabe nga tewali kabi newakubade ekyonono mu mukono gwange, so sikusobe'za newakubade ngoiganya
12 obulamu bwange okubukwata. Mukama asale omusango wakati wange nawe, Mukama akuwalaneko egwanga lyange: naye omukono gwange
13 teguliba kugwe. Ngolugero olwabeda bwerwogera Mu babi mwe muva obubi: naye omukono gwa-
14 nge teguliba kugwe. Kabaka wa Isiraeri atabade ani? ogoberera ani? ogoberera embwa enfu, enku-
15 kunyi. Kale Mukama abe mulamuzi, asale omusango gwange nogugwo, alabe awoze ensonga yange
16 andokole mu mukonogwo. Awo olwatuka Daudi bweyamala okugamba Saulo ebigambo ebyo, Saulo nayogera nti Lino lye dobozirvo, mwana wange Daudi? Saulo naimusa edobozirye nakaba ama-
17 ziga. Nagamba Daudi nti Gwonsinga obutukirivu: kubanga onsasude obulungi, naye nze nku-
18 sasude obubi. Era oyatude lero bwonkoze obulungi: kuba Mukama ngangabude mu mukono-
19 gwo notonzita. Kubanga omuntu bwasanga omulabewe, anamuganya okugenda nga mulamu? Kale Mukama akuwe empera enungi olwekyo
20 kyonkoze lero. Era 'no, laba, manyi nga tolirema kuba kabaka, era ngobwakabaka bwa Isiraeri
21 bulinyuwezebwa mu mukonogwo. Kale 'no kakano ndairira Mukama nga tolizikiriza zade lyange

eriridawo, songa tolimalawo linya lyange okuligya mu nyumba ya kitange. Daudi nalairira 22
Saulo. Saulo nadayo eka ; naye Daudi nabasajabe nebayambuka mu mpuku.

25

Awo Samuiri nafa ; Isiraeri yena nebakung'ana 1
nebamukabirira, nebamuzika mu nyumbaye Erama. Daudi nagolokoka naserengeta nagenda mu lukola Palani.

Awo yaliyo omusaja Emaoni ebintubye nga biri 2
Ekalameri ; era omusaja oyo yali mukulu nyo, era yalina endiga enkumi satu nembuzi lukumi : awo yali ngasala ebyoya byendigaze Ekalameri. Era 3
erinya lyomusaja Nabali ; ne mukaziwe erinyalye Abigairi : nomukazi yali mutegevu namasoge nga malungi : naye omusaja yali wa kabyo era mubi mu bikolwabye ; era yali wa nyumba ya Kalebu.
Awo Daudi nawulira mu lukola Nabali ngasala 4
ebyoya byendigaze. Awo Daudi natuma abalenzi 5
kumi, Daudi nagamba abalenzi nti Mwambuke Ekalameri mugende eri Nabali mumunamusize : era bwemutyo bwemuba mugamba oyo atula nga- 6
laba (omukisa) nti Emirembe gibere gyoli, era emirembe gibere ku nyumbayo, era emirembe gibere ku byona byolina. Era 'no mpulide ngolina aba- 7
sala ebyoya byendiga : abasumbabo 'no babanga nafe netutabakola bubi, so tewabanga ekyababula, ebiro byona nga bali Ekalameri. Buza abalenzibo, 8
banakubulira : kale abalenzi baganje mu masogo ; kubanga tujiride ku lunaku olulungi : wayo, nkwegairide, kyona ekinaja mu mukonogwo, eri abadubo neri mutabaniwo Daudi. Awo abalenzi 9
ba Daudi bwebaja, nebogera ne Nabali mu linya lya Daudi ngebigambo ebyo byona bwebiri, neba-

10 sirika. Awo Nabali nabadamu abadu ba Daudi
nayogera nti Daudi yani? ne mutabani wa Yese
yani? mu biro bino wabawo abadu bangi abaje-
11 mera buli muntu mukamawe. Kale 'no natola
emigati gyange nama'zi gange nenyama yange
gyenzitide abasaja bange abasala ebyoya, nembiwa
12 abasaja besimanyiko gyebavude? Awo abalenzi
ba Daudi nebakyuka nebakwata ekubo nebadayo
nebaja nebamubulira ngebigambo ebyo byona
13 bwebiri. Awo Daudi nagamba abasajabe nti Mwe-
sibe buli muntu ekitalakye. Nebesiba buli mu-
ntu ekitalakye; ne Daudi naye neyesiba eki-
talakye: newayambuka okugoberera Daudi aba-
saja nga bikumi bina; ebikumi bibiri neba-
14 sigala ku bintu. Naye omu ku balenzi nabulira
Abigairi mukazi wa Nabali ngayogera nti Laba,
Daudi yatuma ababaka ngaima mu lukola okula-
15 musa mukama wafe; nabagwako. Naye abasaja
abo bātukolanga bulungi nyo, so tetukolwanga
bubi, so tetubulwanga kintu kyona ebanga lyona
lyetwamala nga tubera nabo, bwetwali mu nsiko:
16 bābanga bugwe gyetuli emisana nekiro ekisera
kyona kyetwamala nabo nga tulunda endiga.
17 Kale 'no kakano tegera olowoze kyonokola: kuba-
nga bamaliride obubi ku mukama wafe ne ku
nyumbaye yona: kubanga mwana wa Beriali eye-
nkanide awo nokuinza omuntu natainza kwogera
18 naye. Awo Abigairi nalyoka ayanguwa nadira
emigati ebikumi bibiri nebita bibiri ebyomwenge
nendiga tano enfumbire dala, nebigero bitano
ebyeng'ano ensike, nebirimba kikumi ebyezabibu
enkalu, nebitole ebikumi bibiri ebyetini, nabitika
19 ku ndogoi. Nagamba abalenzibe nti Munkule-
mbere mugende; laba mbavako nyuma. Naye
20 natabulira bawe Nabali. Awo olwatuka nga yeba-
gala endogoiye naserengeta awāli ekifo ekyekwe-
kerwamu ekyokulusozi, awo, laba, Daudi nabasaja-
be nebaserengeta okumwolekera; nasisinkana

nabo. Era Daudi yali ayogede nti Mazima nku- 21
mide bwerere byona olusaja luno byalina mu luko-
la, ekintu kyona nekitabula ku bibye byona bwe-
byenkana: awo ansasude obubi olwobulungi.
Katonda akole bwatyo abalabe ba Daudi noku- 22
kirawo, bwendisigazawo ku babe bona bwebenkana
nomwana omu owobulenzi. Awo Abigairi bwe- 23
yalaba Daudi, nayanguwa nava ku ndogoiye navu-
namira Daudi amasoge wansi, nakutama ku taka.
Nagwa ku bigerebye nayogera nti Obutali butuki- 24
rivu obwo bubere kunze, mukama wange, kunze:
era muzanawo ayogere mu matugo, nkwegairide,
era wulira ebigambo bya muzanawo. Nkwegai- 25
ride, mukama wange aleme okusayo omwoyo eri
omuntu oyo owa Beriali, Nabali: kuba erinyalye
nga bweriri, naye bwali bwatyo; Nabali lye linya-
lye nobusirusiru buli naye: naye nze muzanawo
salaba balenzi ba mukama wange bewatuma. Kale 26
'no kakano, mukama wange, nga Mukama bwali
omulamu nawe nga bwoli omulamu, kubanga
Mukama akuziizi'za obuta'za musango gwa musai
nobutewalanira gwanga nomukonogwo gwe, kale
'no abalabebo nabo abanonyeza mukama wange
akabi, babe nga Nabali. Era 'no ekirabo kino 27
muzanawo kyaletede mukama wange, kiwebwe
abalenzi abagoberera mukama wange. Nkwegai- 28
ride, sonyiwa ekyonono kya muzanawo: kubanga
Mukama talirema kumukolera mukama wange
enyumba eyenkala'kalira, kubanga mukama wange
alwana entalo za Mukama; so nakabi tekalirabika
kugwe enakuzo zona. Era newakubade ngabantu 29
bagolokose okukuiganya nokunonya obulamubwo,
naye obulamu bwa mukama wange bulisibirwa
mu muganda gwobulamu wamu ne Mukama Ka-
tondawo; nobulamu bwabalabebo alibuvumula
ngebiva mu lubuto lwenvumulo. Awo olulituka 30
Mukama bwaliba ngakoze mukama wange ngobu-
lungi bwona bwebuli bweyakwogerako, era ngaku-

31 tadewo okuba omukulu wa Isiraeri ; awo kino
tekirikulumya mwoyo, so omutimagwe tegulyesi-
taza mukama wange kubanga wayiwa omusai ogu-
taliko nsonga newakubade kino nga mukama
wange yewalanira egwanga yeka: awo Mukama
bwaliba ngakoze bulungi mukama wange, awo
32 ojukiranga muzanawo. Daudi nagamba Abigairi
nti Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri,
33 akutumye lero okusisinkana nange : era gatende-
rezebwe namagezigo, nawe otenderezebwe anku-
mye lero obutabako musango gwa musai nobute-
34 walanira gwanga nomukono gwange nze. Kubanga
mazima dala, nga Mukama Katonda wa Isiraeri
bwali omulamu, anziiziza obutakukola bubi, singa
toyanguye noja okusisinkana nange, mazima tewa-
ndisigalide Nabali emambya ngesaze na mwana
35 omu wa bulenzi. Awo Daudi natola mu ngaloze
ebyo byamuletede : namugamba nti Yambuka mu
nyumbayo mirembe ; laba, mpulide edoboziryo
36 nenkukiriza gwe. Awo Abigairi naja eri Nabali ;
era, laba, yali afumbye embaga mu nyumbaye,
ngembaga ya kabaka ; nomwoyo gwa Nabali gwali
gusanyuse mundaye, kubanga yali atamide nyo:
kyeyava alema okumubulira ekigambo kyona, oba
37 kitono oba kikulu, okutusa enkya. Awo olwa-
tuka enkya, omwenge bwegwali gumuvudeko
Nabali, mukaziwe namubulira ebigambo ebyo,
omutimagwe negufira mundaye nafuka ngejinga.
38 Awo olwatuka enaku nga kumi nga ziisewo, Mu-
39 kama nalwaza Nabali nafa. Awo Daudi bweya-
wulira Nabali ngafude, nayogera nti Mukama
atenderezebwe, awoze'za ensonga eyokuvumibwa
kwange mu mukono gwa Nabali era aziiziza omu-
duwe obutakola kibi : nobubi bwa Nabali Muka-
ma abuzizayo ku mutwegwe ye. Daudi natuma
40 nayogereza Abigairi okumufumbirwa. Awo aba-
du ba Daudi bwebatuka eri Abigairi Ekalameri,
nebamugamba nti Daudi yatutumye gyoli okuku-

fumbirwa. Awo nagolokoka navunama amasoge 41
wansi nayogera nti Laba, muzanawo muwereza okunazanga ebigere byabadu ba mukama wange. Awo 42
Abigairi nayanguwa nagolokoka neyebagala endogoi wamu ne bawalabe batano abamugobereranga; nagoberera ababaka ba Daudi, naba mukaziwe. Daudi nawasa ne Akinoamu Oweyezereeri; bombi 43
nebaba bakazibe. Era Saulo yali awade Mikali 44
muwalawe, mukazi wa Daudi, Paliti mutabani wa Laisi Owegalimu.

26

Awo Abezifu nebaja eri Saulo Egibea nga 1
bogera nti Daudi teyekweka ku lusozi Kakira 2
olwolekera olukola? Awo Saulo nagolokoka naserengeta nagenda mu lukola Olwezifu, ngalina abasaja abalonde aba Isiraeri enkumi satu wamu naye, okunonya Daudi mu lukola Olwezifu. Saulo 3
nasisira ku lusozi Kakira, olwolekera olukola, mu kubo. Naye Daudi nabera mu lukola nalaba nga Saulo atuse mu lukola ngamugoberera. Daudi 4
kyeyava atuma abake'si nategera nga Saulo atukide dala. Daudi nagolokoka naja mu kifo Saulo 5
weyali asiside: Daudi nalaba ekifo Saulo weyagalamira, ne Abinera mutabani wa Nera, omukulu wegyerye: era Saulo yali agalamide munda wekifo ekyamagali, abantu nebasisira okumwetolola. Awo Daudi nadamu nagamba Akime- 6
reka Omukiti ne Abisai mutabani wa Zeruia, muganda wa Yoabu, ngayogera nti Ani anaserengeta nange magenda eri Saulo mu lusisira? Abisai nayogera nti Nze naserengeta nawe. Awo 7
Daudi ne Abisai nebaja eri abantu ekiro: awo, laba, Saulo ngagalamide nga yebase munda wekifo ekyamagali, efumulye nga lisimbidwa mu taka ku mutwegwe: ne Abinera nabantu nga

8 bagalamide okumwetolola. Awo Abisai nagamba
Daudi nti Katonda agabulide dala omulabewo mu
mukonogwo lero: kale 'no, nkwegairide, 'mufu-
mite nefumu ku taka omulundi gumu so simu-
9 fumite mulundi gwa kubiri. Daudi nagamba
Abisai nti Tomuzikiriza: kubanga ani ainza oku-
golola omukonogwe kwoyo Mukama gweyafu-
10 kako amafuta naba nga taliko musango? Daudi
nayogera nti Nga Mukama bwali omulamu, Mu-
kama yalimu'ta; oba olunakulwe lulituka okufa;
11 oba aliserengeta mu lutalo nazikirira. Mukama
akidize eri nze ngolole omukono gwange kwoyo
Mukama gweyafukako amafuta: naya 'no twala,
nkwegairide, efumu eriri ku mutwegwe nekita
12 kyama'zi tugende. Awo Daudi natwala efumu
nekita kyama'zi ngabigya ku mutwe gwa Saulo;
nebegendera songa tewali muntu akirabye newa-
kubade akimanyi, songa tewali azukuse: ku-
banga bona nga bebase; kubanga otulo tungi
13 otwava eri Mukama twali tubagudeko. Awo
Daudi nagenda emitala weri, naimirira wala ku
ntiko yolusozi; nga yesudeko nabo ebanga dene:
14 Daudi nalangira abantu ne Abinera mutabani
wa Nera ngayogera nti Todamu, Abinera? Awo
Abinera nadamu nayogera nti Gwani akowola
15 kabaka? Daudi nagamba Abinera nti Toli mu-
zira? erani akwenkana mu Isiraeri? kale kiki
ekikulobede okukuma mukamawo kabaka? ku-
banga muingide omu ku bantu okuzikiriza kabaka
16 mukamawo. Ekigambo kino kyokoze si kirungi.
Nga Mukama bwali omulamu, musanide okufa,
kubanga temukumye mukama wamwe, Mukama
gweyafukako amafuta. Era 'nō mulabe efumu
lya kabaka weriri nekita kyama'zi ekibade ku
17 mutwegwe. Saulo namanya edobozi lya Daudi
nayogera Lino lye doboziryo, mwana wange
Daudi? Daudi nayogera nti Lye dobozi lyange,
18 mukama wange, ai kabaka. Nayogera nti Mu-

kama wange aiganyiza ki omuduwe? kubanga nkoze ki? oba kibi ki ekiri mu mukono gwange? Kale 'no, nkwegairide, mukama wange kabaka awulire ebigambo byomuduwe. Mukama obanga ye yakumperera, akirize ekiwebwayo: naye obanga be bana babantu, bakolimirwe mu maso ga Mukama; kubanga bangobye lero neme okwegata nobusika bwa Mukama nga bogera nti Genda owereze bakatonda abalala. Kale 'no omusai gwange gu- 20
leme okutonya wansi Mukama gyatabera: kubanga kabaka wa Isiraeri atabade okunonya enkukunyi, ngomuntu bwai'gira enkwale ku nsozi. Awo 21
Saulo nayogera nti Nyononye: komawo, mwana wange Daudi: kubanga siryeyongera kukukola kabi nate, kubanga obulamu bwange bubade bwa muwendo mungi mu masogo lero: laba, nasiruwala nenkyama nyo nyini. Daudi nadamu nayo- 22
gera nti Laba efumu, ai kabaka! kale omu ku balenzi aje alikime. Era Mukama alisasula buli 23
muntu obutukirivubwe nobwesigwabwe: kubanga Mukama akugabude mu mukono gwange lero, nesikiriza kugolola mukono gwange kwoyo Mukama gweyafukako amafuta. Era, laba, ngobu- 24
lamubwo bwebubade obwomuwendo omungi mu maso gange lero, obulamu bwange bubere bwa muwendo mungi mu maso ga Mukama, andokole mu kulaba enaku kwona. Awo Saulo naga- 25
mba Daudi nti Owebwe omukisa, mwana wange Daudi: olikola ebyamānyi era tolirema kuwangula. Awo Daudi neyegendera, Saulo nadayo mu kifokye.

27

Awo Daudi nayogera mu mwoyogwe nti Lu- 1
liba lunaku lumu nenzikirira olwomukono gwa Saulo: tewali kisinga bulungi gyendi okuduka nentuka munsi Eyabafirisiti; awo Saulo aligyayo

omwoyo gyendi, oku'nonya nate mu nsalo zona
eza Isiraeri: bwendiwona bwentyo mu muko-
2 nogwe. Daudi nagolokoka nagenda, ye nabasaja
olukaga abāli naye, nebasenga Akisi mutabani wa
3 Maoka, kabaka Wegasi. Daudi natula ne Akisi
Egasi, ye nabasajabe, buli muntu nabomunyumba,
Daudi ne bakazibe bombi, Akinoamu Omuyeze-
reeri ne Abigairi Omukalameri, mukazi wa Na-
4 bali. Nebamubulira Saulo nga Daudi yaduka
Egasi: natamunonya nate.
5 Awo Daudi nagamba Akisi nti Obanga 'no
ng'anze mu masogo, bampe ekifo mu mbuga emu
mu byalo ntule eyo: kubanga kiki ekinaba ki-
tuza omuduwo mu kibuga kye nyini awamu
6 nawe? Awo Akisi namuwa Zikalaga ku lunaku
olwo: Zikalaga kyekiberera ekya bakabaka ba
Yuda na buli kati.
7 Awo omuwendo gwenaku Daudi zeyamala
munsi Eyabafirisiti gwali mwaka mulamba ke-
8 myezi ena. Daudi nabasajabe nebambuka neba-
kwekweta Abagesuli Nabagirizi Nabamaleka:
kubanga abo be bātulanga munsi, abābangamu
eda, ngogenda Esuli, okugenda munsi Eyemisiri.
9 Daudi na'ta ensi natawonya musaja newakubade
omukazi obutafa, nanyaga endiga nente nendogoi
neng'amira nebyambalo; nakomawo naja eri Akisi.
10 Awo Akisi nayogera nti Muva wa okukwekweta
lero? Daudi nayogera nti Ku bukika obwadyo olwa
Yuda nobukika obwadyo Obwabayerameeri nobu-
11 kika obwadyo Obwabakeni. Daudi natawonya
musaja newakubade omukazi obutafa okubaleta
Egasi, ngayogera nti Baleme okutulopa nga bogera
nti Bwatyo Daudi bweyakola, era bweyaisanga
bwatyo kasokede atula munsi Eyabafirisiti.
12 Awo Akisi nakiriza Daudi nayogera nti Aba-
ntube Isiraeri abatamide dala; kyaliva abera
omudu wange enaku yona.

28

Awo olwatuka mu naku ezo Abafirisiti nebaku- 1
ng'anyiza egye lyabwe entalo okulwana ne Isi-
raeri. Akisi nagamba Daudi nti Tegerera dala
ngolitabala nange mu'gye, gwe nabasajabo. Daudi 2
nagamba Akisi nti Kyoliva otegera omuduwo
byalikola. Akisi nagamba Daudi nti Kyendiva
nkufula omukumi womutwe gwange enaku zona.
Awo Samuiri yali afude, ne Isiraeri yena bāli 3
bamukabiride, nebamuzika mu Lama, mu kibu-
gakye ye. Era Saulo yali agyewo munsi abo
abāliko emizimu nabafumu. Awo Abafirisiti ne- 4
bakung'ana nebaja nebasisira Esunemu: awo
Saulo nakung'anya Isiraeri yena nebasisira ku
Giriboa. Awo Saulo bweyalaba egye Lyabafirisiti, 5
natya omwoyogwe negukankana nyo. Awo Saulo 6
bweyabuza Mukama, Mukama natamwanukula
newakubade mu biroto newakubade mu Ulimu
newakubade mu banabi. Awo Saulo nalyoka 7
agamba abadube nti 'Nonyeza omukazi aliko omu-
zimu ng'ende gyali 'mubuze. Abadube nebamu-
gamba nti Laba, waliwo omukazi aliko omuzimu
Endola. Saulo neyekyusa nayambala ebyambalo 8
ebirala nagenda, ye nabasaja babiri naye, nebaja
eri omukazi ekiro: nayogera nti Ndagula, nkwe-
gairide, nomuzimu, oninyisize buli gwenakuga-
mbako erinya. Awo omukazi namugamba nti 9
Laba, omanyi Saulo byeyakola, bweyazikiriza
munsi abo abaliko emizimu, nabafumu: kale kiki
ekikutēgeza obulamu bwange ekyambika oku-
nzisa. Saulo namulairira Mukama ngayogera 10
nti Nga Mukama bwali omulamu, tekulikubako
kibonerezo kyona olwekigambo kino. Awo omu- 11
kazi nayogera nti Ani gwemba nkulinyisiza?
Nayogera nti Ninyisiza Samuiri. Awo omukazi 12
bweyalaba Samuiri, nakaba nedobozi dene: omu-

kazi nagamba Saulo nti Onimbide ki? kubanga
13 gwoli Saulo. Kabaka namugamba nti Totya:
kubanga olaba ki? Omukazi nagamba Saulo nti
14 Ndaba katonda ngava mu taka ngayambuka.
Namugamba nti Embalaye eri etya? Nayogera
nti Omukade ayambuka; era yebiseko omuna-
giro. Saulo nategera nga Samuiri, navunama
15 amasoge wansi neyeyanza. Awo Samuiri naga-
mba Saulo nti Lwaki okungolokosa okuninyisa?
Saulo nadamu nti Neralikiride nyo; kubanga
Abafirisiti balwana nange, era Katonda anvudeko,
so takyanyanukula newakubade mu banabi newa-
kubade mu biroto: kyenvude nkuita ontegeze
16 byemba nkola. Awo Samuiri nayogera nti Obu-
liza ki nze 'no, Mukama ngakuvudeko era nga-
17 fuse mulabewo? Era Mukama yekolede omu-
limu, nga bweyayogerera munze: era Mukama
ayuziza obwakabaka ngabugya mu mukonogwo
18 era abuwade muliranwawo, Daudi. Kubanga
tewagondera dobozi lya Mukama nototukiriza
kiruwikye ekingi ku Amaleka, Mukama kyavude
19 akukola ekigambo kino lero. Era nate Mukama
anagabula ne Isiraeri wamu nawe mu mukono
Gwabafirisiti: era enkya gwe ne batabanibo
banaba nange: Mukama anagabula negye lya
20 Isiraeri mu mukono Gwabafirisiti. Awo Saulo
nalyoka agwa ku taka ngalambade, natya nyo,
olwebigambo bya Samuiri: nemutamusigalamu
mānvi; kubanga yali talide ku mere yona oku-
21 zibya obude nokukesa. Omukazi naja eri Saulo,
nalaba nga yeralikiride nyo, namugamba nti
Laba, muzanawo awulide edoboziryo nenteka
obulamu bwange mu mukono gwange nempulira
22 ebigambobyo byong'ambye. Kale 'no, nkwegai-
ride, nawe wulira edobozi lya muzanawo, era
nteke akamere mu masogo; olye olyoke obe
23 namānyi bwonegendera. Naye nagana nayogera
nti Sirye. Naye abadube awamu nomukazi neba-

muwaliriza; nawulira edobozi lyabwe. Awo nagolokoka okuva wansi natula ku kitanda. Era 24
omukazi yalina enyana eya sava mu nyumba;
nayanguwa nagi'ta; nadira obu'ta nabugoya nabwokya okuba omugati ogutazimbulukuswa:
naguleta mu maso ga Saulo ne mu maso gaba- 25
dube; nebalya. Awo nebagolokoka nebegendera
ekiro ekyo.

29

Awo Abafirisiti nebakung'anyiza egye lyabwe 1
lyona ku Afeka: Abaisiriraeri nebasisira ku lu'zi
oluli mu Yezereeri. Awo abami Babafirisiti nebaita- 2
wo ebikumi nebikumi nenkumi nenkumi: Daudi
nabasajabe nebaitira wamu ne Akisi nga basemba.
Awo abakulu Babafirisiti nebogera nti Abeberaniya 3
bakola ki wano? Akisi nagamba abakulu Babafirisiti nti Ono si Daudi, omudu wa Saulo kabaka
wa Isiraeri, eyakamala nange enaku zino oba
emyaka gino, so sirabanga kabi kuye kasokede
asenga okutusa lero? Naye abakulu Babafirisiti 4
nebamusunguwalira; abakulu Babafirisiti nebamugamba nti Mu'zeyo omusaja oyo adeyo mu kifokye
kyewamulagira, aleme okuserengetera awamu nafe
mu lutalo, aleme okufuka omulabe wafe mu
lutalo: kubanga olusaja luno lwandyetabaganyi'za
naki ne mukamawe? si na mitwe gya basaja bano?
Ono siye Daudi gwebaimbiraganako nga bazina, 5
nga bogera nti

Saulo a'se enkumize,
Ne Daudi obukumibwe?

Awo Akisi naita Daudi namugamba nti Mukama 6
nga bwali omulamu, wabanga mugolokofu, nokufulumakwo nokuingira awamu nange mu'gye
kulungi mu maso gange: kubanga sirabanga kabi
kugwe okuva ku lunaku lwewaja gyendi ne lero:
naye abami tebakwagala. Kale 'no dayo ogende 7

mirembe oleme okunyiza abami Babafirisiti.
8 Daudi nagamba Akisi Ñaye nkoze ki? oba kiki
kyolabye ku muduwo ebiro byona byenakamala
nga ndi mu masogo okutusa lero, ekindobera oku-
genda nenwana nabalabe ba mukama wange
9 kabaka? Akisi nadamu nagamba Daudi nti
Manyi ngoli mulungi mu maso gange nga malaika
wa Katonda: naye abami Babafirisiti bogede nti
10 Taja kwambuka nafe mu lutalo. Kale 'no golo-
koka enkya mu makya wamu nabadu ba muka-
mawo abaja nawe: awo mangwago nga mugolokose
enkya mu makya, obude nga bubakerede, nemwe-
11 gendera. Awo Daudi nagolokoka mu makya, ye
nabasajabe, okwegendera enkya, okudayo munsi
Eyabafirisiti. Abafirisiti nebambuka Eyezereeri.

30

1 Awo olwatuka, Daudi nabasajabe bwebātuka
Ezikalaga ku lunaku olwokusatu, Abamaleka bāli
bamaze okukwekweta obukika obwadyo ne Zika-
laga, era nga bamaze oku'ta Zikalaga era nga
2 bakyoke'za omuliro; era nga banyaze abakazi (ne
bona) abali omwo, abato era nabakulu: teba'ta
nomu, naye nebabanyaga nebabatwala nebege-
3 ndera. Awo Daudi nabasajabe bwebatuka ku
kibuga, laba, nga bakyoke'za omuliro; ne bakazi
babwe ne batabani bābwe ne bawala babwe nga
4 babanyaze. Awo Daudi nabantu abali naye
nebalyoka baimusa edobozi lyabwe nebakaba
amaziga okutusa lwebagwamu obuinza okukaba.
5 Ne bakazi ba Daudi bombi, Akinoamu Omuyeze-
reeri ne Abigairi mukazi wa Nabali Omukalameri,
6 bāli babanyaze. Daudi nanakuwala nyo; kubanga
abantu nebogera okumukasukira amainja, kubanga
abantu bona omwoyo negubaluma, buli muntu
ngalumirwa batabanibe ne bawalabe: naye Daudi
neyenyuwereza mu Mukama Katondawe.

Awo Daudi nagamba Abiasala kabona, mutabani 7
wa Akimereka, nti Nkwegairide, leta eno ekanzu.
Abiasala naletayo ekanzu eri Daudi. Daudi 8
nabuza Mukama ngayogera nti Bwenagoberera
ekibina kino, ndibatukako? Namudamu nti Gobe-
rera: kubanga tolirema kubatukako, era tolirema
kubisuza byona. Awo Daudi nagenda, ye nabasaja 9
olukaga'abali naye, nebaja ku kaga Besola, abāsigala
gyebātula. Naye Daudi nagoberera, ye nabasaja 10
ebikumi bina: kubanga ebikumi bibiri nebasigala,
abayongobera bwebatyo nokuinza nebatainza ku-
somoka kaga Besola: nebasanga Omumisiri mu 11
nsiko nebamuletera Daudi nebamuwa omugati
nalya; nebamunywesa ama'zi: nebamuwa eki- 12
tundu kyekitole ekyetini nebirimba bibiri ebyeza-
bibu enkalu; awo bweyalya omwoyogwe negukо-
mawo: kubanga yali ngamaze enaku satu emisana
nekiro nga talya mugati songa tanywa ma'zi.
Awo Daudi namugamba nti Gwoli musaja wani? 13
era ova wa? Nayogera nti Nze ndi mulenzi wa
Misiri, omudu Womwamaleka; mukama wange
nansula kubanga enaku ziri satu kasokede ndwala.
Twakwekweta obukika obwadyo Obwabakeresi 14
nensi ya Yuda nobukika obwadyo obwa Kalebu;
netwokya Zikalaga omuliro. Daudi namugamba 15
nti Ononserengesa eri ekibina kino? Nayogera
nti Ndairira Katonda nga tolinzita so tolimpayo
mu mikono gya mukama wange, nange nakuse-
rengesa eri ekibina kino. Awo bweyamuserengesa, 16
laba, nga besudesude ku taka lyona, nga balya
nga banywa, nga bafumba embaga, olwomu-
nyago omunene gwebagya munsi Eyabafirisiti ne
munsi ya Yuda. Awo Daudi naba'ta okutanula 17
ekiro okutusa olwenkya lwerwawungera: newata-
wonako nomu, wabula abalenzi ebikumi bina
abebagala eng'amira nebaduka. Daudi nasuza 18
byona Abamaleka byebali banyaze: Daudi nawo-
nya bakazibe bombi. Nebatabulwa kintu, oba 19

kitono oba kinene, newakubade abana abobulenzi newakubade abobuwala newakubade omunyago newakubade ekintu kyona kyebali benyagide:
20 Daudi nakomyawo byona. Daudi natwala endiga nente zona, zebāgoba okukulembera ensolo ezo (endala), nayogera nti Guno gwe munyago gwa
21 Daudi. Daudi naja eri abasaja ebikumi ebina, abāyongobera bwebatyo nokuinza nebatainza kugoberera Daudi, era bebātuza ku kaga Besola: nebafuluma okusisinkana ne Daudi nokusisinkana nabantu abali naye: awo Daudi bweyasemberera
22 abantu, nabalamusa. Awo abantu bona ababi nabantu ba Beriali kwabo abagenda ne Daudi nebadamu nebogera nti Kubanga tebāgenda nafe, tetuja kubawa ku munyago gwetusuzi'za, wabula buli muntu mukaziwe nabanabe, babatwale bege-
23 ndere. Awo Daudi nayogera nti Baganda bange, si bwemugenda kukola ebyo Mukama byatuwade, atuwonye'za nagabula mu mukono gwafe ekibina
24 ekyatutabala. Erani anabawulira mu kigambo ekyo? kuba omugabo gwoyo aserengeta mu lutalo nga bweguli, bwegutyo bwegunabera omugabo gwoyo asigalira ku bintu: banagabana okwenka-
25 nankana. Awo olwatuka okuva ku lunaku olwo nalifula eteka nempisa eri Isiraeri ne lero.
26 Awo Daudi bweyatuka Ezikalaga, nawereza abakade ba Yuda, mikwanogye, ku munyago ngayogera nti Laba ekirabo kyamwe ekyokumunyago
27 gwabalabe ba Mukama; abo abali mu Beseri, nabo
28 abali mu Lamosi ekyobukika obwadyo, nabo abali
29 mu Yatira; nabo abali mu Aloera, nabo abali mu Sifumosi, nabo abali mu Esetemoa; nabo abali mu Lakali, nabo abali mu bibuga Ebyabayerameeri,
30 nabo abali mu bibuga Ebyabakeni; nabo abali mu Koloma, nabo abali mu Kolasani, nabo abali mu
31 Asaka; nabo abali mu Keberoni, nebifo byona Daudi ye nyini nabasajabe gyebaisanga okubera.

31

Awo Abafirisiti nebalwana ne Isiraeri: abasaja ba Isiraeri nebaduka mu maso Gabafirisiti, nebagwa nga ba'tidwa ku lusozi Giriboa. Abafirisiti nebacoca Saulo ne batabanibe; Abafirisiti neba'ta Yonasani ne Abinadabu ne Malikisua, batabani ba Saulo. Olutalo nerumuba bubi Saulo, abalasi nebamutukako; neyeralikirira nyo olwabalasi. Awo Saulo nagamba ovo eyasitula ebyokulwanyisabye nti Sowola ekitalakyo onfumitire dala nakyo; abatali bakomole abo baleme okuja nebanfumita nebanswaza. Naye eyasitula ebyokulwanyisabye nagana; kubanga yatya nyo. Saulo kyeyava adira ekitalakye nakigwako. Awo eyasitula ebyokulwanyisabye bweyalaba Saulo ngafude, era naye nagwa ku kitalakye nafira wamu naye. Saulo nafa bwatyo, ne batabanibe bonsatule, noyo eyasitulanga ebyokulwanyisabye, nabasajabe bona, ku lunaku olwo wamu. Awo abasaja ba Isiraeri abali emitala wekiwonvu nabo abali emitala wa Yolidani bwebalaba abasaja ba Isiraeri nga baduse, ne Saulo ne batabanibe nga bafude, awo nebaleka ebibuga nebaduka; Abafirisiti nebaja nebabiberamu.

Awo olwatuka enkya Abafirisiti bwebaja okunyaga abafu, nebasanga Saulo ne batabanibe bonsatule nga bagude ku lusozi Giriboa. Nebamusalako omutwe nebamugyako ebyokulwanyisabye natuma munsi Eyabafirisiti enjuwi zona okubulira ebigambo ebyo mu masabo omwali ebifananyi byabwe ne mu bantu. Nebateka ebyokulwanyisabye mu nyumba ya Bāsitalosi: nebasiba omulambogwe ku bugwe Owebesisani. Awo Abeyabesigireada bwebamuwulirako ekyo Abafirisiti kyebākola Saulo, awo abazira bona nebagolokoka

nebatambula nebakesa obude nebagya omulambo
gwa Saulo nemirambo gya batabanibe ku bugwe
Webesisani, nebaja Eyabesi nebagyokera eyo.
13 Nebadira amagumba gabwe, nebagazika wansi
womumyuliru Eyabesi nebasĩbira enaku musanvu.

EKITABO KYA

SAMUIRI

EKYOKUBIRI.

1

1 Awo olwatuka Saulo ngamaze okufa, Daudi
ngakomyewo ngamaze oku'ta Abamaleka, era
2 Daudi ngamaze enaku biri Ezikalaga: awo
olwatuka ku lunaku olwokusatu, laba, omusaja
nava mu lusisira eri Saulo ngayuzi'za ebyambalo-
bye netaka nga liri ku mutwegwe: awo olwatuka
bweyaja eri Daudi, navunama wansi neyeyanza.
3 Daudi namugamba nti Ova wa? Namugamba nti
4 Mponye mu lusisira lwa Isiraeri. Daudi namu-
gamba nti Byali bitya? Nkwegairide, mbulira.
Nadamu nti Abantu baduse mu lutalo, era naba-
ntu bangi bagude bafude; ne Saulo ne Yonasani
5 mutabaniwe bafude nabo. Daudi nagamba omu-
lenzi eyamubulira nti Omanyira kuki nga Saulo ne
6 Yonasani mutabaniwe bafude? Omulenzi eyamu-
bulira nayogera nti Bwenali ndi awo ku lusozi
Giriboa, laba, Saulo neyesigama ku fumulye;
awo, laba, amagali nabebagala embalasi nebamu-
7 coca. Awo bweyakebuka, nandaba nampita.

Nenziramu nti Nze nzuno. Nang'amba nti Gwani? Nemudamu nti Nze ndi Mwamaleka. Nang'amba nti Nkwegairide, imirira ku mabali gange onzite, kubanga obubalagaze bunkute; kubanga obulamu bwange bukyali bulamu munze. Awo nenyimirira ku mabalige, nemu'ta, kubanga nategerera dala nga tainza kuba mulamu ngamaze okugwa: nentwala engule eyali ku mutwegwe nekikomo ekyali ku mukonogwe, era mbirese wano eri mukama wange. Awo Daudi nakwata engoyeze naziyuza; era bwebatyo abasaja bona abali naye: nebawubala nebakaba amaziga nebasī-ba nebazibya obude, olwa Saulo nolwa Yonasani mutabaniwe nolwabantu ba Mukama nolwenyumba ya Isiraeri; kubanga bagude nekitala. Daudi nagamba omulenzi eyamubulira nti Oli wa wa? Nadamu nti Ndi mwana wa munagwanga, Omwamaleka. Daudi namugamba nti Kiki ekyakulobera okutya okugolola omukonogwo okuzikiriza oyo Mukama gweyafukako amafuta? Daudi naita omu ku balenzi nayogera nti Sembera omugweko. Namufumita nafa. Daudi namugamba nti Omusaigwo gubere ku mutwegwo; kubanga akamwako ye mujulirwa gyoli ngoyogera nti Nzise oyo Mukama gweyafukako amafuta.

Awo Daudi nakungubagira Saulo ne Yonasani mutabaniwe okukungubaga kuno: nalagira okuigiriza abana ba Yuda (oluimba) olwomutego: laba, lwawandikibwa mu kitabo kya Yasala.

Ekitibwakyo, ai Isiraeri, ki'tidwa ku bifobyo ebigulumivu!
Abamānyi nga bagude!
Temukibuliranga mu Gasi,
Temukyatulanga mu ngudo za Asikeroni;
Abawala Babafirisiti baleme okusanyuka,
Abawala babatali bakomole baleme okujaguza.
Mwe ensozi za Giriboa,

8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20 21

Kumwe kuleme okubako omusulo newakubade enkuba, newakubade ensuku ezebiwebwayo:
Kubanga eyo engabo eyabamānyi gyeyasulibwa obubi,
Engabo ya Saulo, etafukibwako mafuta.
22 Omutego gwa Yonasani tegwakyukanga nyuma
Okuva ku musai gwaba'tibwa, ku masavu gabamānyi,
Nekitala kya Saulo tekyakomangawo nga kyerere.
23 Saulo ne Yonasani bāli balungi era ba kusanyusa mu bulamu bwabwe,
Ne mu kufa kwabwe tebayawulibwa;
Bāli ba mbiro okusinga empungu,
Bāli ba mānyi okusinga empologona.
24 Mwe abawala ba Isiraeri, mukabirire Saulo,
Eyabambaza engoye ezitwākāla ezokwesima,
Eyayonja ebyambalo byamwe nebya zabu.
25 Abamānyi nga bagude wakati mu lutalo!
Yonasani a'tidwa ku bifobyo ebigulumivu.
26 Nkunakuwalide, muganda wange Yonasani:
Wansanyusanga nyo nyini:
Okwagalakwo gyendi kwali kwa kitalo,
Nga kusinga okwagala kwabakazi.
27 Abamānyi nga bagude,
Nebyokulwanyisa nga bizikiride!

2

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Daudi nabuza Mukama ngayogera nti Nyambuke mu kyona ku bibuga bya Yuda? Mukama namugamba nti Yambuka. Daudi nayogera nti Naya-
2 buka wa? Nayogera nti Ekeberoni. Awo Daudi nayambukayo, era ne bakazibe bombi, Akinoamu

Omuyezereeri ne Abigairi mukazi wa Nabali Omukalameri. Nabasajabe abali naye nabambusa, 3
bali muntu nabomunyumbaye: nebabera mu bibuga ebyomu Keberoni. Awo abasaja ba Yuda 4
nebaja, nebafukira eyo amafuta ku Daudi okuba kabaka wenyumba ya Yuda.

Nebamubulira Daudi nti Abeyabesigireada be bāzika Saulo. Awo Daudi natumira Abe- 5
yabesigireada ababaka nabagamba nti Muwebwe Mukama omukisa, kubanga mumulaze mukama wamwe ekisa kino, ye Saulo, nemumuzika. Era 6
'no Mukama abalagenga ekisa namazima: nange ndibasasula ekisa kino, kubanga mwakola ekigambo kino. Kale 'no emikono gyamwe gibe 7
namānyi, era mube bazira: kubanga Saulo mukama wamwe afude, era enyumba ya Yuda banfuseko amafuta okuba kabaka wabwe.

Era Abinera mutabani wa Nera, omukulu wegye 8
lya Saulo, yali atute Isibosesi mutabani wa Saulo, namusomosa namutwala Emakanaimu; namufula 9
kabaka Wegireada era Owabasuli era Oweyezereeri era owa Eferaimu era owa Benyamini era owa Isiraeri yena. [Isibosesi mutabani wa Saulo yali 10
yakamaze emyaka ana bweyatanula okufuga Isiraeri, nafugira emyaka ebiri.] Naye enyumba ya Yuda nebagoberera Daudi. Nebiro Daudi 11
byeyamala nga ye kabaka wenyumba ya Yuda mu Keberoni byali myaka musanvu kemyezi mukaga.

Awo Abinera mutabani wa Nera nabadu ba 12
Isibosesi mutabani wa Saulo nebava Emakanaimu nebagenda Egibeoni. Yoabu mutabani wa Zeruia 13
nabadu ba Daudi nebafuluma nebasisinkana nabo ku kidiba Ekyegibeoni; nebatula, bano emitala weno wekidiba, na bali emitala weri wekidiba.
Awo Abinera nagamba Yoabu nti Nkwegairide, 14
abalenzi bagolokoke bazanyire mu maso gafe. Yoabu nayogera nti Bagolokoke. Awo nebago- 15

lokoka nebasomoka nga babalidwa; aba Benyamini ne Isibosesi mutabani wa Saulo kumi na babiri, ne ku badu ba Daudi kumi na babiri.
16 Nebakwata buli muntu mune omutwe, (nebafumita) buli muntu olubirizi lwa mune nekitala; awo nebagwira wamu: ekifo ekyo kyekyava kitumibwa Kerikasi-kazulimu, ekiri mu Gibeoni.
17 Olutalo neruba lukakanyavu nyo ku lunaku olwo; Abinera nagobebwa nabasaja ba Isiraeri
18 mu maso gabadu ba Daudi. Era batabani ba Zeruia bonsatule bāli eyo, Yoabu ne Abisai ne Asakeri: era Asakeri yali wa mbiro ngempeyo
19 eyomutale. Asakeri nagoberera Abinera; awo ngagenda nga takyama ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono okugoberera Abinera.
20 Awo Abinera nakebuka nayogera nti Asakeri,
21 gwe wuyo? Nadamu nti Nze nzuno. Awo Abinera namugamba nti Kyama ku mukonogwo ogwadyo oba ku gwa kono, okwate omu ku balenzi wetwalire ebyokulwanyisabye. Naye Asa-
22 keri natakiriza kukyama obutamugoberera. Awo Abinera nagamba Asakeri nate nti Kyama obutangoberera: kiki ekinaba kikunkubya wansi? awo ndimuimusiza ntya amaso gange Yoabu mu-
23 gandawo? Naye nagana okukyama: Abinera kyeyava amufumita olubuto nomuwunda gwefumu, efumu neriitamu nerigukira enyumawe; nagwira awo nafira mu kifo omwo: awo olwatuka abo bona abātuka mu kifo Asakeri weya-
24 gwira nafa nebaimirira. Naye Yoabu ne Abisai nebagoberera Abinera: awo enjuba negwa nga batuse ku lusozi A'ma, oluli mu maso Gegia mu
25 kubo eryolukola Olwegibeoni. • Awo abana ba Benyamini nebakung'anira ku Abinera, nebafuka ekibina kimu, nebaimirira ku ntiko yolusozi.
26 Awo Abinera nakowola Yoabu nayogera nti Ekitala kirirya enaku zona? tomanyi nga walibawo obubalagaze ku nkomerero eyoluvanyuma?

kale olitusa wa obutalagira bantu kudayo obutagoberera baganda babwe? Yoabu nayogera nti 27
Katonda nga bwali omulamu, singa toyogede, awo
enkya abantu tebandiremye kwegendera, so te-
bandigoberede buli muntu mugandawe. Awo 28
Yoabu nafuwa ekondere abantu bona nebaimirira,
so tebeyongera kugoberera Isiraeri, so tebālwana
nate lwa kubiri. Awo Abinera nabasajabe neba- 29
tambula mu Alaba nebakesa obude; nebasomoka
Yolidani, nebaita mu Bisironi yona nebaja
Emakanaimu. Awo Yoabu nadayo ngalese oku- 30
goberera Abinera: awo bweyakung'anya abantu
bona, ku badu ba Daudi nga kubuzeko abasaja
kumi na mwenda ne Asakeri. Naye abadu ba 31
Daudi bāli bafumise bwebatyo ku Benyamini
nabasaja ba Abinera (nokufa) newafa abasaja
ebikumi bisatu mwenkaga. Nebasitula Asakeri 32
nebamuzika mu ntana ya kitawe eyali mu Besire-
kemu. Yoabu nabasajabe nebatambula nebakesa
obude, nebubakererererera Ekeberoni.

3

Awo newabangawo obulwa bungi eri enyumba 1
ya Saulo nenyumba ya Daudi: Daudi neyeyonge-
rayongera okuba namānyi, naye enyumba ya
Saulo neyeyongerayongera okuba enafu.

Awo Daudi nazalirwa abana abobulenzi Eke- 2
beroni: nomuberyeberyewe yali Aminoni, owa
Akinoamu Omuyezereeri; nowokubiri Kireabu, 3
owa Abigairi mukazi wa Nabali Omukalameri;
nowokusatu Absalomu mutabani wa Maaka mu-
wala wa Talimai kabaka Wegesula; nowokuna 4
Adoniya mutabani wa Ka'gisi; nowokutano
Sefatiya mutabani wa Abitali; nowomukaga Isi- 5
reamu, owa Egera mukazi wa Daudi. Abo be
bazalirwa Daudi Ekeberoni.

6 Awo olwatuka obulwa nga bukyaliwo eri
enyumba ya Saulo nenyumba ya Daudi, Abi-
nera neyefula owamānyi mu nyumba ya Saulo.
7 Era Saulo yalina omuzana, erinyalye Lizipa,
muwala wa Aya: (Isibosesi) nagamba Abinera
nti Kiki ekikuingizi'za eri muzana wa kitange?
8 Awo ebigambo bya Isibosesi nebimusunguwaza
nyo Abinera, nayogera nti Nze mutwe gwembwa
ogwa Yuda? Lero ndaga ekisa enyumba ya Saulo
kitawo, bagandabe, nemikwanogye, nesikuwayo
mu mukono gwa Daudi, era naye onanze omu-
9 sango ogwomukazi oyo. Katonda akole bwatyo
Abinera nokukirawo, bwesirikolera dala Daudi
10 nga Mukama bweyamulairira; okugya obwaka-
baka ku nyumba ya Saulo, nokusimba entebe ya
Daudi okufuga Isiraeri ne Yuda, okuva ku Dani
11 okutuka Ebeeriseba. Natainza kumwanukula
Abinera kigambo kirala, kubanga yamutya.
12 Awo Abinera natumira Daudi ababaka kubu-
bwe ye, ngayogera nti Nanyini nsi yani? (era)
nti Lagana nange, era, laba, omukono gwange
13 guliba nawe okukukyukiza Isiraeri yena. Nayo-
gera nti Kale; ndiragana nawe: naye waliwo
ekimu kyenkusako nga toliraba maso gange, bwo-
tolimala kuleta Mikali muwala wa Saulo, bwolija
14 okulaba amaso gange. Awo Daudi natumira
Isibosesi mutabani wa Saulo ababaka ngayogera
nti Mpa mukazi wange Mikali gwenayogereza
15 nebikuta ebikumi Ebyabafirisiti. Awo Isibosesi
natuma namugya ku bawe, ye Palitieri mutabani
16 wa Laisi. Bawe nagenda naye ngagenda ngakaba,
namugoberera Ebakulimu. Awo Abinera namu-
gamba nti Genda odeyo: nadayo.
17 Awo Abinera natesa nabakade ba Isiraeri nga-
yogera nti Mu biro ebyeda mwayagala Daudi
18 okuba kabaka wamwe: kale 'no kakano muki-
kole: kubanga Mukama yayogera ku Daudi nti
Mu mukono gwomudu wange Daudi bwendiro-

kola abantu bange Isiraeri mu mukono Gwabafirisiti ne mu mukono gwabalabe babwe bona. Abinera nayogera ne mu matu ga Benyamini: 19
era Abinera nagenda okwogera ne mu matu ga Daudi Ekeberoni byona Isiraeri nenyumba yona eya Benyamini byebasima. Awo Abinera naja 20
eri Daudi Ekeberoni nabasaja amakumi abiri wamu naye. Daudi nafumbira embaga Abinera nabasaja abali naye. Awo Abinera namugamba 21
Daudi nti Nagolokoka neng'enda nenkung'anya Isiraeri yena eri mukama wange kabaka, balagane endagano nawe, era ofuge bona ememeyo beyegomba. Daudi nasindika Abinera; nagenda mirembe. Awo, laba, abadu ba Daudi ne Yoabu 22
nebakomawo okukwekweta, nebaleta nabo omunyago omungi: naye Abinera teyali ne Daudi Ekeberoni; kubanga yali amusindise, naye nagenze mirembe. Awo Yoabu negye lyona eryali 23
naye bwebatuka, nebabulira Yoabu nti Abinera mutabani wa Nera ya'ze eri kabaka, era yamusindise, era yagenze mirembe. Awo Yoabu naja 24
eri kabaka nayogera nti Okoze ki? laba, Abinera ya'ze gyoli; wamusindikide ki, era agendede dala? Omanyi Abinera mutabani wa Nera nga'ze 25
okukulimba nokumanya bwofuluma noingira nokumanya byona byokola. Awo Yoabu bwe- 26
yafuluma okuva eri Daudi, natuma ababaka okugoberera Abinera, nebamukomyawo okuva ku lu'zi lwa Sira: naye Daudi natakimanya. Awo 27
Abinera bweyakomawo Ekeberoni, Yoabu namwawulamu namutwala mu mulyango wakati okwogera naye mu kyama, namufumitira eyo olubuto, nafa, olwomusai gwa Asakeri mugandawe. Awo 28
oluvanyuma Daudi bweyakiwulira nayogera nti Nze nobwakababa bwange tetuliko musango mu maso ga Mukama enaku zona ogwomusai gwa Abinera mutabani wa Nera: gugwe ku mutwe 29
gwa Yoabu ne ku nyumba yona eya kitawe; so

mu nyumba ya Yoabu temubulanga muziku oba
mugenge oba eyesigama ku mugo oba agwa neki-
30 tala oba abulwa emere. Bwebatyo Yoabu ne Abisai
mugandawe nebata Abinera, kulanga yali a'se
muganda wabwe Asakeri Egibeoni mu lutalo.
31 Awo Daudi nagamba Yoabu nabantu bona
abali naye nti Muyuze engoye zamwe mwesibe
ebibukutu mukabe mu maso ga Abinera. Ka-
32 baka Daudi nagoberera olunyo. Nebazika Abi-
nera Ekeberoni: kabaka naimusa edobozirye na-
kaba ku ntana ya Abinera; abantu bona neba-
33 kaba amaziga. Kabaka nakungubagira Abinera
nayogera nti

Abinera yandifude ngomusirusiru bwafa?
34 Emikonogyo tegyasibibwa, so nebigerebyo
tebyatekebwa mu masamba:
Ngomuntu bwagwa mu maso gabana bobutali
butukirivu, bwewagwa bwotyo.

Abantu bona nebamukabira nate amaziga.
35 Abantu bona nebaja okulisa Daudi emere obude
nga bukyali bwa musana; naye Daudi nalaira
ngayogera nti Katonda ankole bwatyo noku-
kirawo, bwenalega ku mere oba ku kirala kyona,
36 okutusa enjuba lwenegwa. Abantu bona neba-
kitegera nekibasanyusa: era nga byona kabaka
37 byeyakola bwebyasanyusanga abantu bona. Awo
abantu bona ne Isiraeri yena nebategera ku lu-
naku olwo nga tekyava eri kabaka oku'ta Abinera
38 mutabani wa Nera. Kabaka nagamba abadube
nti Temumanyi nga mu Isiraeri mugude lero
39 omusaja omukulu era owekitibwa. Nange lero
ndi munafu newakubade nga nfukidwako ama-
futa okuba kabaka: nabasaja bano batabani ba
Zeruia banyinze obukakanyavu: Mukama asasule
akoze ekibi ngobubibwe bwebuli.

4

Awo (Isibosesi) mutabani wa Saulo bweyawu- 1
lira Abinera ngafiride Ekeberoni, emikonogye
negiyongobera, Abaisiraeri bona neberalikirira.
Era (Isibosesi) mutabani wa Saulo yalina abasaja 2
babiri abami bebibina: omu erinyalye Baana
nowokubiri erinyalye Lekabu, batabani ba Limoni
Omubeerosi owokubana ba Benyamini: [kubanga
ne Beerosi kibalirwa Benyamini: Abebeerosi 3
nebaduka Egi'taimu nebabera eyo na guno gujwa].
Era Yonasani mutabani wa Saulo yalina 4
omwana eyawenyera ku bigere. Yali yakamaze
emyaka etano ebigambo bwebyatuka okuva mu
Yezereeri ebya Saulo ne Yonasani, omuleziwe na-
musitula naduka: awo olwatuka bweyayanguya
okuduka nagwa nalemala. Nerinyalye lyali Me-
fibosesi.
Awo batabani ba Limoni Omubeerosi, Lekabu 5
ne Baana, nebagenda nebatuka mu nyumba ya
Isibosesi omusana nga gukazi'za, bweyali ngawu-
mula mu tuntu. Nebajayo wakati mu nyumba 6
ngabagala okukima eng'ano; nebamufumita olu-
buto: Lekabu ne Baana mugandawe nebawona.
Awo bwebatuka mu nyumba, ngagalamide ku 7
kitandakye munjuye, nebamufumita nebamu'ta,
nebamusalako omutwe, nebatwala omutwegwe,
nebatambula mu kubo erya Alaba nebakesa
obude. Nebamuletera Daudi omutwe gwa Isi- 8
bosesi Ekeberoni, nebagamba kabaka nti Laba
omutwe gwa Isibosesi mutabani wa Saulo omu-
labewo eyanonya obulamubwo; era Mukama
awalanye egwanga lya mukama wange kabaka
lero ku Saulo ne ku zaderye. Awo Daudi naba- 9
damu Lekabu ne Baana mugandawe, batabani ba
Limoni Omubeerosi, nabagamba nti Mukama
nga bwali omulamu eyanunula ememe yange mu

10 kulaba enaku kwona, omuntu bweyambulira nti
Laba, Saulo afude, ngalowoza okuleta ebigambo
ebirungi, awo nemukwata nemu'tira Ezikalaga, ye
11 mpera gyenamuwa olwebigambobye. Awo, abantu
ababi nga ba'se omuntu omutukirivu mu nyu-
mbaye ye ku kitandakye, sirisinga nyo kakano
kuvunana musaigwe mu mukono gwamwe,
12 nembagya kunsi? Awo Daudi nalagira aab-
lenzibe, nebaba'ta nebabasalako engalo nebi gere
nebabiwanika ku bali lyekidiba Ekeberoni. Naye
nebatwala omutwe gwa Isibosesi nebaguzika mu
ntana ya Abinera Ekeberoni.

5

1 Awo ebika byona ebya Isiraeri nebaja eri Daudi
Ekeberoni, nebogera nti Laba, tuli magumbago era
2 mubirigwo. Mu biro ebyeda, Saulo nga ye kabaka
wafe, gwe wafulumya noingiza Isiraeri: Mukama
nakugamba nti Gwolirunda abantu bange Isiraeri,
3 era gwoliba mukulu wa Isiraeri. Awo abakade
bona aba Isiraeri nebaja eri kabaka Ekeberoni;
kabaka Daudi nalaganira nabo endagano Ekeberoni
mu maso ga Mukama: nebamufukako Daudi ama-
futa okuba kabaka wa Isiraeri.
4 Daudi yali yakamaze emyaka asatu bweyatanula
5 okufuga, nafugira emyaka ana. Yafugira Yuda
Ekeberoni emyaka musanvu kemyezi mukaga: nē
mu Yerusalemi yafugira Isiraeri yena ne Yuda
emyaka asatu mwesatu.
6 Awo kabaka nabasajabe nebagenda Eyerusalemi
okulwana Nabayebusi, abātula munsi: abagamba
Daudi nti Bwotolimalawo bazibe ba maso nabawe-
nyevu, toliingira muno: nga balowoza nti Daudi
7 tainza kuingira muno. Era naye Daudi namenya
ekigo kya Sayuni; ekyo kye kibuga kya Daudi.
8 Daudi nayogera ku lunaku olwo nti Buli ana'ta

Abayebusi, ayambuke awali olusalosalo a'te abazibe bamaso nabawenyevu ememe ya Daudi bekyawa. Kyebava bogera nti Waliwo abazibe bamaso nabawenyevu; tainza kuingira mu nyumba. Daudi 9
nabera mu kigo nakituma ekibuga kya Daudi. Era Daudi yazimba okwetolola okuva Emiro no-ku'za munda. Awo Daudi neyeyongerayongera 10
okuba omukulu; kubanga Mukama, Katonda owegye, yali naye.

Awo Kiramu kabaka Wetulo natumira Daudi 11
ababaka nemivule nababa'zi nabazimbi bamainja; nebazimbira Daudi enyumba. Awo Daudi nate- 12
gera nga Mukama amunyuweze'za okuba kabaka wa Isiraeri, era nga agulumizi'za obwakabakabwe kulwabantube Isiraeri.

Awo Daudi neyeyongera okuwasa abazana naba- 13
kazi ngabagya mu Yerusalemi, ngamaze okuva Ekeberoni: Daudi nazalirwa nate abana abobulenzi nabobuwala. Era gano ge manya gabo aba- 14
muzalirwa mu Yerusalemi; Sa'mua ne Sobabu ne Nasani ne Sulemani ne Ibala ne Erisua ne Nefega 15
ne Yafia ne Erisama ne Eriada ne Erifereti. 16

Awo Abafirisiti bwebawulira nga bamaze oku- 17
mufukako Daudi amafuta okuba kabaka wa Isiraeri, Abafirisiti bona nebambuka okunonya Daudi; Daudi nakiwulira naserengeta mu mpuku. Awo 18
Abafirisiti bāli ba'ze nebayanjala mu kiwonvu Lefaimu. Awo Daudi nabuza Mukama nti Nya- 19
mbuke eri Abafirisiti? onobagabula mu mukono gwange? Mukama nagamba Daudi nti Yambuka: kubanga sireme kugabula Bafirisiti mu mukonogwo. Daudi naja Ebaali-perazimu, Daudi naba- 20
kubira eyo; nayogera nti Mukama amenye abalabe bange, ngama'zi bwegamenya. Kyeyava atuma ekifo ekyo erinya lyakyo Baali-perazimu. Neba- 21
leka eyo ebifananyi byabwe, Daudi nabasajabe nebabitwala.

Awo Abafirisiti nebeyongera okwambuka olwo- 22

23 kubiri nebayanjala mu kiwonvu Lefaimu. Awo
Daudi bweyabuza Mukama nayogera nti Toya-
mbuka: wetolole enyuma wabwe obafulume mu
24 maso gemitugunda. Awo olunatuka bwonowulira
edobozi eryokutambula ku musanso gemitugunda,
nolyoka ogolokoka: kubanga awo Mukama nga-
25 kukulembede okukuba egye Lyabafirisiti. Awo
Daudi nakola bwatyo nga Mukama bweyamula-
gira; na'ta Abafirisiti okuva Egeba okutusa lwo-
tuka Egezera.

6

1 Awo Daudi nakung'anya nate abasaja bona aba-
2 londe aba Isiraeri, obukumi busatu. Daudi nago-
lokoka nagenda nabantu bona abali naye, okuva
Ebaale Yuda okugyayo sanduke ya Katonda oku-
girinyisa, eitibwa erinya lye nyini, erinya lya
3 Mukama owegye atula ku bakerubi. Nebateka
sanduke ya Katonda ku gali empya, nebagigya mu
nyumba ya Abinadabu eyali ku lusozi: U'za ne
Akio, batabani ba Abinadabu, nebagoba egali
4 empya. Nebagigya mu nyumba ya Abinadabu
eyali ku lusozi ne sanduke ya Katonda: Akio na-
5 kulembera sanduke. Daudi nenyumba yona eya
Isiraeri nebakubira mu maso ga Mukama (ebintu)
ebyemiberosi ebyengeri zona nenanga nentongoli
6 nebitāsa nensāsi nebisāla. Awo bwebatuka mu
guliro lya Nakoni, U'za nagolola omukonogwe ku
sanduke ya Katonda nagikwatako; kubanga ente
7 yesitala. Obusungu bwa Mukama nebwaka ku
U'za; Katonda namukubira eyo olwekyononokye;
8 nafira awo awali sanduke ya Katonda. Awo
Daudi nanyiga kuba Mukama ngawamatukide
U'za: natuma ekifo ekyo Perezu'za, ne lero.
9 Daudi natya Mukama ku lunaku olwo; nayogera
10 nti Sanduke ya Mukama erija etya gyendi? Awo
Daudi natayagala kujulula sanduke ya Mukama

okugireta gyali mu kibuga kya Daudi ; naye Daudi nagikyamya nagiingiza mu nyumba ya Obededomu Omugi'ti. Awo sanduke ya Mukama nemala 11
emyezi esatu mu nyumba ya Obededomu Omugiti : Mukama nawa omukisa Obededomu nenyumbaye yona. Awo nebamubulira kabaka Daudi nti 12
Mukama awade omukisa enyumba ya Obededomu nebibye byona olwesanduke ya Katonda. Daudi nagenda nagya sanduke ya Katonda mu nyumba ya Obededomu nagirinyisa mu kibuga kya Daudi ngasanyuka. Awo olwatuka abasitula sanduke ya 13
Mukama bwebali batambude ebigere mukaga, nawayo ente nekya sava. Daudi nazinira mu maso 14
ga Mukama namānyige gona ; era Daudi nga yesibye ekanzu eya bafuta. Awo Daudi nenyumba 15
yona eya Isiraeri nebalinyisa sanduke ya Mukama nga bogerera wagulu era nga bafuwa ekondere. Awo olwatuka sanduke ya Mukama bweyali nge- 16
ingira mu kibuga kya Daudi, Mikali muwala wa Saulo nalingiza mu kituli, nalaba kabaka Daudi ngabuka ngazinira mu maso ga Mukama ; namunyoma mu mutimagwe. Nebaingiza sanduke ya 17
Mukama, nebagiteka mu kifo kyayo wakati mu wema Daudi gyeyali agisimbide: Daudi nawayo ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo olwemirembe mu maso ga Mukama. Awo Daudi bweyali 18
amaze okuwayo ekiwebwayo ekyokebwa nebiwebwayo olwemirembe, nasabira abantu omukisa mu linya lya Mukama owegye. Nagabira abantu bo- 19
na, ekibina kyona ekya Isiraeri, abasaja nabakazi, buli muntu omugati nomugabo (ogwenyama) nekitole ekyezabibu enkalu. Awo abantu bona nebegendera buli muntu mu nyumbaye. Awo Daudi 20
nakomawo okusabira abomunyumbaye omukisa. Awo Mikali muwala wa Saulo nafuluma okusisinkana ne Daudi nayogera nti Kabaka wa Isiraeri ngabade wa kitibwa lero, eyebikulide lero mu maso gabazana babadube, ngomu ku basaja abata-

liko kyebagasa bweyebikula nga talina nsonyi!
21 Daudi nagamba Mikali nti (Kyabade) mu maso
ga Mukama, eyanonda okusinga kitawo nokusinga
enyumbaye yona okunfula omukulu wabantu ba
Mukama, owa Isiraeri: kyenavanga nzanyira mu
22 maso ga Mukama. Era ndyeyongera okwetowaza
okukirawo, era ndiba anyomebwa mu maso gange
nze: naye abazana boyogedeko abo balinzisamu
23 ekitibwa. Mikali muwala wa Saulo natazala
mwana okutusa ku lunaku kweyafira.

7

1 Awo olwatuka kabaka bweyatula mu nyumba-
ye, era Mukama ngamuwade okuwumula eri aba-
2 labebe bona abamwetolola, awo kabaka nagamba
Nasani nabi nti Laba 'no, nze ntula mu nyumba
eyemivule, naye sanduke ya Katonda etula munda
3 webitimbibwa. Awo Nasani nagamba kabaka nti
Genda okole byona ebiri mu mutimagwo; kubanga
4 Mukama ali nawe. Awo olwatuka ekiro ekyo eki-
5 gambo kya Mukama nekijira Nasani nti Genda obu-
lire omudu wange Daudi nti Bwatyo bwayogera
Mukama nti Gwolinzimbira enyumba gyemba mbe-
6 ramu? kubanga siberanga mu nyumba okuva ku
lunaku lwenagya abana ba Isiraeri mu Misiri, ne
lero, naye natambuliranga mu wema ne mu nyu-
7 mba etimbibwa. Mu bifo byona mwenatambulira
nabana ba Isiraeri bona, nali njogede ekigambo
nekika kyona ekya Isiraeri, kyenalagira okulunda
abantu bange Isiraeri, nga njogera nti Kiki ekya-
8 balobera okunzimbira enyumba eyemivule? Kale
'no bwotyo bwoba ogamba omudu wange Daudi
nti Bwatyo bwayogera Mukama owegye nti Na-
kugya ku kisibo kyendiga, ngogoberera endiga,
9 obere omukulu wabantu bange, owa Isiraeri: era
nabanga nawe buli gyewagendanga, era nzikiri'za

abalabebo bona mu masogo ; era ndikuwa erinya
ekulu ngerinya bweriri eryabakulu abali munsi.
Era nditekerawo abantu bange Isiraeri ekifo, ne- 10
mbasimba batule mu kifo kyabwe bo, nebatajulu-
kuka nate ; so nabana bobubi nga tebakyababo-
nyabonya ngoluberyeberye, era ngokuva ku luna- 11
ku lwenalagira abalamuzi okufuga abantu bange
Isiraeri ; era ndikuwa okuwumula eri abalabebo
bona. Era nate Mukama akubulira nga Mukama
alikukolera enyumba. Enakuzo bweziriba nga 12
zitukiride nawe nga webakide wamu ne bajajabo,
ndisawo ezaderyo eriridawo eririva mundayo, era
ndinyuweza obwakabakabwe. Oyo yalizimbira 13
erinya lyange enyumba, era ndinyuweza entebe
eyobwakabakabwe enaku zona. Nze ndiba kitawe 14
naye aliba mwana wange : bwaliba ngakoze eki-
tali kya butukirivu ndimukangavula nomugo
ogwabantu nenga ezabana babantu ; naye okusa- 15
sira kwange tekulimuvako, nga bwenakugya ku
Saulo, gwenagyawo mu masogo. Nenyumbayo 16
nobwakabakabwo birifuka bya nkala'kalira enaku
zona mu masogo : entebeyo erinyuwezebwa enaku
zona. Awo ngebigambo ebyo byona bwebiri no- 17
kwolesebwa okwo kwona, bwatyo Nasani bweya-
bulira Daudi.

Awo Daudi kabaka nalyoka aingira natula mu 18
maso ga Mukama; nayogera nti Nzani, ai Muka-
ma Katonda, nenyumba yange kiki, gwe okuntusa
wano? Nekyo nekiba nga kikyali kigambo ki- 19
tono mu masogo, ai Mukama Katonda ; era naye
oyogede ku nyumba yomuduwo okumala ebiro
bingi ebiribawo; nekyo ngengeri yabantu bweri,
ai Mukama Katonda! Era kiki Daudi kyainza 20
okukugamba nate? kubanga omanyi omuduwo,
ai Mukama Katonda. Olwekigambokyo era ngo- 21
mutimagwo gwe bweguli kyovude okola ebikulu
ebyo byona, okutegeza omuduwo. Kyoberede 22
omukulu, ai Mukama Katonda: kubanga tewali

akwenkana, so tewali Katonda wabula gwe, nga
23 byona bwebiri byetwakawulira namatu gafe. Era
gwanga ki erimu munsi erifanana abantubo, erifa-
nana Isiraeri, Katonda beyagendera okwenunu-
lira okuba abantube, nokwekolera erinya, nokuba-
kolera ebikulu, nokukolera ensiyo ebyentisa, mu
maso gabantubo bewenunulira okuva mu Misiri,
(okubagya) mu mawanga ne bakatonda babwe?
24 Newenyuwereza abantubo Isiraeri okuba abantu
gyoli enaku zona; nawe, Mukama, nofuka Ka-
25 tonda wabwe. Era kakano, ai Mukama Katonda,
ekigambo kyoyogede ku muduwo ne ku nyu-
mbaye kinyuweze enaku zona, era kola nga bwo-
26 yogede. Era erinyalyo ligulumizibwe enaku zona,
nga bogera nti Mukama owegye ye Katonda
afuga Isiraeri: nenyumba eyomuduwo Daudi eri-
27 nyuwezebwa mu masogo. Kubanga gwe, ai Mu-
kama owegye, Katonda wa Isiraeri, obikulide
omuduwo, ngoyogera nti Ndikuzimbira enyumba:
omuduwo kyavude ayang'anga okukusaba oku-
28 saba kuno. Era 'no, ai Mukama Katonda, gwe
Katonda, nebigambobyo mazima, era osubizi'za
29 omuduwo ekigambo ekyo ekirungi: kale 'no kiri-
za okuwa omukisa enyumba eyomuduwo, ebere
mu masogo enaku zona: kubanga gwe, ai Mukama
Katonda, okyogede: era enyumba yomuduwo
ewebwe omukisagwo enaku zona.

8

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Daudi naku-
ba Abafirisiti nabawangula: Daudi nagyayo oluko-
ba lwekibuga nyina (wensi) mu mukono Gwabafi-
2 risiti. Nakuba Moabu, nabagera nomugwa, ngaba-
galamiza wansi; nagerako emigwa ebiri egyoku'ta
nomugwa ogumu omulamba ogwokuwonya aba-
lamu. Abamoabu nebafuka badu ba Daudi neba-

leta ebirabo. Era Daudi nakuba ne Kadadezera 3
mutabani wa Lekobu, kabaka Wezoba, bweya-
genda okujemulula amatwalege ku Muga. Daudi 4
namugyako abasaja abebagala embalasi lukumi
mu lusanvu, nabatambula nebigere obukumi bu-
biri: Daudi nazitema entega embalasi zona eza-
magali, naye naterekako ezamagali ekikumi. Awo 5
Abasuli Abedamasiko bwebaja okudukirira Ka-
dadezera kabaka Wezoba, Daudi na'ta ku Basuli
abasaja obukumi bubiri mwenkumi biri. Awo 6
Daudi nateka ebigo mu Busuli Obwedamasiko:
Abasuli nebafuka badu ba Daudi, nebaleta ebirabo.
Mukama namuwanga Daudi okuwangula buli
gyeyagendanga. Daudi nanyaga engabo eza zabu 7
ezali ku badu ba Kadadezera nazitwala Eyerusale-
mi. Ne mu Beta ne mu Berosai, ebibuga bya 8
Kadadezera, kabaka Daudi nagyamu ebikomo
ebyaingirira obungi. Awo Toi kabaka Wekamasi 9
bweyawulira nga Daudi akubye egye lyona erya
Kadadezera, awo Toi natuma Yolamu mutabaniwe 10
eri kabaka Daudi okumulamusa nokumwebaza,
kubanga alwanye ne Kadadezera namukuba: ku-
banga Kadadezera yalwananga ne Toi. (Yolamu)
naleta wamu naye ebintu ebya feza nebintu ebya
zabu nebintu ebyebikomo: nebyo kabaka Daudi 11
nabiwongera Mukama, wamu ne feza ne zabu gye-
yawonga (gyeyagya) ku mawanga gona geyawa-
ngula; ku Busuli ne Moabu nabana ba Amoni 12
Nabafirisiti ne Amaleka ne ku munyago gwa Ka-
dadezera, mutabani wa Lekobu, kabaka Wezoba.
Daudi neyefunira erinya bweyakomawo ngamaze 13
okukuba Abasuli mu Kiwonvu Ekyomunyo, aba-
saja kakumi mu kanana. Nateka ebigo mu Edo- 14
mu; yateka ebigo okubuna Edomu, Abedomu
bona nebafuka badu ba Daudi. Mukama namu-
wanga Daudi okuwangula buli gyeyagendanga.

Awo Daudi nafuga Isiraeri yena; Daudi nasa- 15
lira abantube bona emisango gya nsonga era gya

16 mazima. Ne Yoabu mutabani wa Zeruia ye yali
omukulu wegye; ne Yekosafati mutabani wa Aki-
17 ruda ye yali omujukiza: ne Zadoka mutabani wa
Akitubu ne Akimereka mutabani wa Abiasala be
bali bakabona; ne Seraya ye yali omuwandisi;
18 ne Benaya mutabani wa Yekoyada (ye yali omu-
kulu) Wabakeresi Nabaperesi; ne batabani ba
Daudi be bāli abakulu.

9

1 DAUDI nayogera nti Wakyaliwo asigadeyo ku
nyumba ya Saulo, 'mukole ebyekisa kulwa Yona-
2 sani? Awo wāliwo ku nyumba ya Saulo omudu
erinyalye Ziba, nebamuita eri Daudi; kabaka na-
mugamba nti Gwe Ziba? Nayogera nti Omuduwo
3 ye wuyo. Kabaka nayogera nti Tewakyali wa
nyumba ya Saulo 'mukole ebyekisa kya Katonda?
Ziba nagamba kabaka nti Wakyali omwana wa
4 Yonasani, awenyera ku bigere. Kabaka namu-
gamba nti Alirudawa? Ziba nagamba kabaka nti
Laba, ali mu nyumba ya Makira mutabani wa
5 A'mieri mu Lodebala. Awo kabaka Daudi na-
tuma namugya mu nyumba ya Makira mutabani
6 wa A'mieri mu Lodebala. Awo Mefibosesi muta-
bani wa Yonasani mutabani wa Saulo naja eri
Daudi navunama amasoge neyeyanza. Daudi na-
yogera nti Mefibosesi. Nadamu nti Laba omudu-
7 wo. Daudi namugamba nti Totya: kubanga sire-
me kukukola bya kisa kulwa Yonasani kitawo,
era ndikudiza ebyalo byona ebya Saulo jajawo;
era onolyanga emere ku meza yange enaku zona.
8 Neyeyanza nayogera nti Omuduwo yani gwe oku-
9 tunulira embwa enfu nga nze bwendi? Awo ka-
baka naita Ziba, omudu wa Saulo, namugamba nti
Byona ebyabanga ebya Saulo nebyenyumbaye yona
10 mbiwade omwana wa mukamawo. Nawe onomu-

limiranga etaka, gwe ne batabanibo nabadubo; era onoingizanga (ebibala) omwana wa mukamawo abenga nebyanalyanga: naye Mefibosesi omwana wa mukamawo analyanga emere enaku zona ku meza yange. Era Ziba yalina abana kumi na batano nabadu amakumi abiri. Awo Ziba nagamba 11
kabaka nti Mukama wange kabaka nga bwalagide omuduwe, bwatyo omuduwo bwanakolanga. Mefibosesi, (bweyayogera kabaka,) analyanga ku meza yange ngomu ku bana ba kabaka. Era Mefibosesi 12
yalina omwana omuto omulenzi, erinyalye Mika. Ne bona ababera mu nyumba ya Ziba bali badu ba Mefibosesi. Awo Mefibosesi nabera mu Yeru- 13
salemi: kubanga yalyanga bulijo ku meza ya kabaka; era yawenyera nebigerebye byombi.

10

Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo kabaka wa- 1
bana ba Amoni nafa, Kanuni mutabaniwe nafuga mu kifokye. Daudi nayogera nti Nakola 2
Kanuni mutabani wa Nakasi ebyekisa, nga kitawe bweyankola ebyekisa. Awo Daudi natuma abadube okumukubagiza olwa kitawe. Abadu ba
Daudi nebatuka munsi eyabana ba Amoni. Naye 3
abakulu babana ba Amoni nebagamba Kanuni mukama wabwe nti Olowoza nga Daudi amusamu ekitibwa kitawo nakutumira abokukukubagiza? Daudi takutumide badube okukebera ekibuga nokukike'ta nokukimenya? Awo Kanuni natwala 4
abadu ba Daudi nabamwako ekitundu kyebirevu byabwe nabasalira ebyambalo byabwe wakati, okukoma ku matako gabwe, nabasindika. Awo 5
bwebakibulira Daudi, natuma okubasisinkana; kubanga abasaja abo nebakwatibwa nyo ensonyi. Kabaka nayogera nti Mubere Eyeriko ebirevu byamwe bimale okukula, mulyoke mukomewo.

6 Awo abana ba Amoni bwebalaba Daudi ngabatamidwa, abana ba Amoni nebatuma nebaguliriira Abasuli Abebesirekobu, Nabasuli Abezoba, abatambula nebigere obukumi bubiri, ne kabaka Wemaaka ngalina abasaja lukumi, nabasaja Abetobu
7 abasaja kakumi mwenkumi biri. Awo Daudi bweyakiwulira, natuma Yoabu negye lyona eryaba-
8 saja abamānyi. Awo abana ba Amoni nebafuluma nebasimba enyiriri awaingirirwa mu mulyango: Nabasuli Abezoba Naberekobu nabasaja
9 Abetobu ne Maaka bāli boka ku tale. Awo Yoabu bweyalaba olutalo nga luli mu masoge nenyumawe, nayawulamu abasaja bona aba Isiraeri abalo-
10 nde nabasimba enyiriri okwolekera Abasuli: abantu bona abalala nabakwasa mu mukono gwa Abisai mugandawe, nabasimba enyiriri okwole-
11 kera abana ba Amoni. Nayogera nti Abasuli bwebananema, awo gwonombera: naye abana ba Amoni bwebanakulema, awo naja nenkubera.
12 Damu amānyi twerage obusaja olwabantu bafe nolwebibuga bya Katonda wafe: era Mukama
13 akole nga bwasima. Awo Yoabu nabantu abali naye nebasembera ku lutalo okulwana Nabasuli:
14 nebaduka mu masoge. Awo abana ba Amoni bwebalaba Abasuli nga baduse, era nabo nebaduka mu maso ga Abisai, nebaingira mu kibuga. Awo Yoabu nalyoka ava ku bana ba Amoni nadayo
15 naja Eyerusalemi. Awo Abasuli bwebalaba nga bagobedwa mu maso ga Isiraeri, nebakung'ana.
16 Awo Kadadezera natuma nagyayo Abasuli abali emitala Womuga: nebaja Ekeramu, Sobaka omukulu wegye lya Kadadezera ngabakulembede.
17 Nebamubulira Daudi; nakunganya Isiraeri yena, nasomoka Yolidani naja Ekeramu. Abasuli nebasimba enyiriri okwolekera Daudi nalwana naye.
18 Abasuli nebaduka mu maso ga Isiraeri; Daudi na'ta ku Basuli (abasaja abomu) magali lusanvu, nabebagala embalasi obukumi buna, nafumita

Sobaka omukulu wegye lyabwe nafira eyo. Awo 19
bakabaka bona abāli abadu ba Kadadezera bweba-
laba nga bagobedwa mu maso ga Isiraeri, nebata-
bagana ne Isiraeri, nebabawereza. Awo Aba-
suli nebatya okweyongera nate okubera abana ba
Amoni.

11

Awo olwatuka omwaka bwegwatukirira mu 1
kisera bakabaka mwebatabalira, Daudi natuma
Yoabu nabadube awamu naye ne Isiraeri yena;
nebazikiriza abana ba Amoni nebazingiza La'ba.
Naye Daudi nasigala Eyerusalemi.

Awo olwatuka akawungezi Daudi nagolokoka 2
nava ku kitandakye natambula wagulu ku nyu-
mba ya kabaka: era ngaima ku nyumba nalaba
omukazi nganaba; era omukazi yali mulungi nyo
okutunulira. Awo Daudi natuma nabuza omu- 3
kazi bwali. Newabawo eyayogera nti Oyo si
Basiseba muwala wa Eriamu, mukazi wa Uliya
Omukiti? Awo Daudi natuma ababaka namu- 4
twala; naingira gyali nasula naye; [kubanga
yali alongosebwa obutali bulongofubwe;] (omu-
kazi) nadayo mu nyumbaye. Omukazi naba 5
olubuto; natuma nabulira Daudi nayogera nti
Ndi lubuto. Daudi natumira Yoabu nti Mpereza 6
Uliya Omukiti. Yoabu nawereza Uliya eri Daudi.
Awo Uliya bweyaja gyali, Daudi namubuza Yoabu 7
bweyali nabantu bwebāli nolutabalo bwerwali.
Daudi nagamba Uliya nti Serengeta mu nyumbayo 8
onabe ebigere. Uliya nava mu nyumba ya kabaka,
newamugoberera omuwumbo (gwemere) oguvude
eri kabaka. Naye Uliya nasula ku mulyango gwe- 9
nyumba ya kabaka wamu nabadu bona aba mu-
kamawe, nataserengeta mu nyumbaye. Awo bwe- 10
bamubulira Daudi nti Uliya teyaserengese mu
nyumbaye, Daudi nagamba Uliya nti Tovude ku

lugendo? kiki ekyakulobede okuserengeta mu
11 nyumbayo? Uliya nagamba Daudi nti Sanduke
ne Isiraeri ne Yuda basula mu nsisira; ne mu-
kama wange Yoabu nabadu ba mukama wange
basiside ku tale mu banga; nze 'no nagenda mu
nyumba yange okulya nokunywa nokusula ne
mukazi wange? nga bwoli omulamu nememeyo
nga bweri enamu sija kukola kigambo ekyo.
12 Awo Daudi nagamba Uliya nti Mala wano nolwa
lero, enkya nkusindike. Awo Uliya namala olu-
13 naku olwo nolwenkya mu Yerusalemi. Awo
Daudi bweyamuita nalya nanywa mu masoge;
namutamiza: awo akawungezi nafuluma okusula
ku kitandakye wamu nabadu ba mukamawe, naye
14 nataserengeta mu nyumbaye. Awo olwatuka
enkya Daudi nawandikira Yoabu ebaluwa, nagi-
15 werereza mu mukono gwa Uliya. Nawandika mu
baluwa nti Mumuteke Uliya mu maso awali olu-
talo olwamānyi, mumwabulire, balyoke bamufu-
16 mite afe. Awo olwatuka Yoabu bweye'kānya
ekibuga, namuwa Uliya ekifo weyamanya nga we
17 wali abazira. Abasaja abomukibuga nebafuluma
nebalwana ne Yoabu: awo ku bantu nekufako
abamu, ku badu ba Daudi; Uliya Omukiti naye
18 nafa. Awo Yoabu natuma nabulira Daudi ebyo-
19 lutalo byona; nakutira omubaka ngayogera nti
Bwoliba ngomaze okubulira kabaka ebyolutalo
20 byona, awo olunatuka kabaka bwanasunguwala,
nakugamba nti Kiki ekyabasembeza bwemutyo
okumpi nekibuga okulwana? temwamanya nga
21 baliima ku bugwe okulasa? ani eya'ta Abimereka
mutabani wa Yeru'besesi? omukazi teyamukasu-
kako enso ngaima ku bugwe, nafira Esebezi? kiki
ekyabasembeza bwemutyo okumpi ne bugwe?
awo onoyogera nti Nomuduwo Uliya Omukiti
22 naye afude. Awo omubaka nagenda naja nate-
23 geza Daudi byona Yoabu byeyamutuma. Omu-
baka nagamba Daudi nti Abasaja bātuyiwako

amānyi nebatulumba ebweru mu banga, netufunvubira nabo okutusa awaingirirwa mu mulyango. Abalasi nebalasa abadubo nga baima ku 24
bugwe; era ku badu ba kabaka kufudeko abamu, nomuduwo Uliya Omukiti naye afude. Awo 25
Daudi nagamba omubaka nti Bwotyo bwoba ogamba Yoabu nti Ekigambo ekyo kireme okukunyiza, kubanga ekitala kirya nga kyenkanya omuntu ne mune: weyongere okunyuweza olutalolwo okulwana nekibuga okimenye: era omugumyanga omwoyo. Awo muko Uliya bweyawulira ba 26
ngafude nakungubagira bawe. Awo bweyamala 27
okwabya olumbe, Daudi natuma namuleta ewuwe, naba mukaziwe namuzalira omwana owobulenzi. Naye ekigambo Daudi kyeyakola nekinyiza Mukama.

12

Awo Mukama natuma Nasani eri Daudi. Naja 1
gyali namugamba nti Wāliwo abasaja babiri mu kibuga kimu; omu nga mugaga ne mune nga mwavu. Omugaga yalina endiga nente nyingi 2
nyo nyini: naye omwavu teyalina kantu wabula 3
akana kendiga akalusi keyagula nalera: nekakulira wamu naye nabanabe; kālyanga ku kamereke ye, nekanywa ku ndekuye ye, nekagalamira mu kifubakye nekaba gyali nga muwalawe. Awo 4
newaja omutambuze eri omugaga oyo, nalema okutola ku ndigaze ye ne kunteze ye, okufumbira omutambuze eyaja gyali, naye natwala omwana wendiga owomwavu, nagifumbira omusaja a'ze gyali. Awo Daudi nasunguwalira nyo omusaja; 5
nagamba Nasani nti Mukama nga bwali omulamu, omusaja eyakola ekyo asanide okufa: era 6
ali'zawo omwana wendiga emirundi ena, kubanga yakola ekyo, era kubanga teyalina kusasira.

Awo Nasani nagamba Daudi nti Ye gwe. Bwa- 7

tyo bwayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti
Nakufukako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri
8 nenkugya mu mukono gwa Saulo; nenkuwa
enyumba ya mukamawo, ne bakazi ba mukamawo
(nembakuwa) mu kifubakyo, nenkuwa enyumba
ya Isiraeri neya Yuda; nebyo singa bibade bitono,
9 nandikwongedeko bino na bino. Kiki ekikunyo-
me'za ekigambo kya Mukama okukola ebiri mu
masoge ebibi? o'se Uliya Omukiti nekitala notwala
mukaziwe okuba mukaziwo, nomu'ta nekitala
10 ekyabana ba Amoni. Kale 'no ekitala tekiriva
mu nyumbayo enaku zona; kubanga o'nyonye
nze notwala mukazi wa Uliya Omukiti okuba mu-
11 kaziwo. Bwatyo bwayogera Mukama nti Laba,
ndikuimusizako obubi obuliva mu nyumbayo gwe,
era nditwala bakazibo mu masogo nembawa muli-
ranwawo, era alisula ne bakazibo mu maso ge-
12 njuba eno. Kubanga gwe wakikola mu kyama:
naye nze ndikola ekigambo ekyo mu maso ga Isi-
13 raeri yena ne mu maso genjuba. Awo Daudi na-
gamba Nasani nti Nyononye Mukama. Nasani
nagamba Daudi nti Mukama naye agyewo ekyo-
14 nonokyo; tofe. Naye kubanga owade abalabe
ba Mukama ebanga dene okuvola olwekikolwa
ekyo, omwana akuzalidwa talirema kufa naye.
15 Awo Nasani neyegendera mu nyumbaye.

Awo Mukama nalwaza omwana muka Uliya gwe-
16 yazalira Daudi, nalwala nyo. Daudi kyeyava
amwegairirira omwana eri Katonda; Daudi nasiba
17 naingira nagalamira ku taka okukesa obude. Awo
abakade abomunyumbaye nebagolokoka (nebaimi-
rira) wali, okumuimusa okuva wansi: naye nata-
18 kiriza so teyalya mere nabo. Awo olwatuka ku lu-
naku olwomusanvu omwana nafa. Abadu ba Daudi
nebatya okumubulira omwana ngafude: kubanga
nebogera nti Laba, omwana bweyali ngakyali mu-
lamu netwogera naye, natawulira dobozi lyafe:
kale aneralikirira atya bwetunamubulira omwana

ngafude? Naye Daudi bweyalaba abadube nga 19
bogerera wamu ekyama, Daudi nategera omwana
ngafude: Daudi nagamba abadube nti Omwana
afude? Nebogera nti Afude. Awo Daudi nava 20
wansi nagolokoka nanaba neyesāba amafuta nawa-
nyisa ebyambalobye; naja mu nyumba ya Mu-
kama nasinza: nalyoka aja mu nyumbaye; awo
bweyayagala nebateka emere mu masoge nalya.
Awo abadube nebamugamba nti Kigambo ki kino 21
kyokoze? Wasiba nokabira omwana bweyali nga-
kyali mulamu; naye omwana ngafude, nogolokoka
nolya ku mere. Nagamba nti Omwana bweyali 22
ngakyali mulamu, nasība nenkaba: kubanga na-
yogera nti Ani amanyi obanga Mukama tankwa-
tirwe kisa omwana abe omulamu. Naye kakano 23
ngamaze okufa, nandisibide ki? nyinza okumuko-
myawo? nze ndigenda gyali naye ye talikomawo
gyendi. Daudi nakubagiza Basiseba mukaziwe 24
naingira gyali nasula naye: nazala omwana owo-
bulenzi, natūma erinyalye Sulemani. Mukama 25
namwagala; natuma mu mukono gwa Nasani
nabi, natuma erinyalye Yedidiya, kulwa Mukama.

Awo Yoabu nalwana ne La'ba ekyabana ba 26
Amoni namenya ekibuga kya kabaka. Awo 27
Yoabu natumira Daudi ababaka nayogera nti
Nwanye ne La'ba, nokumenya 'menye ekibuga
ekyama'zi. Kale 'no kung'anya abantu bona aba- 28
sigadeyo ozingize ekibuga okimenye: neme oku-
menya ekibuga nebakituma erinya lyange. Daudi 29
nakung'anya abantu bona nagenda Era'ba, nalwana
nakyo nakimenya. Nagya engule ya kabaka wa- 30
bwe ku mutwegwe; nobuzito bwayo bwali talanta
eya zabu, ne muyo nga mulimu amainja agomu-
wendo omungi; netekebwa ku mutwe gwa Daudi.
Nagyamu omunyago ogwekibuga, mungi nyo
nyini. Nagyamu abantu abāli omwo, naba'sa 31
wansi wemisomeno namanyo agekyuma nembazi
ezekyuma, nabaisa mu kyokero kyamatofali: awo

bwatyo bweyakola ebibuga byona ebyabana ba Amoni. Daudi nabantu bona nebadayo Eyerusalemi.

13

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Abasalomu mutabani wa Daudi yalina mwanyina omulungi, erinyalye Tamala; Aminoni mutabani wa Daudi
2 namwagala. Awo Aminoni neyeralikirira bwatyo nokulwala nalwala olwa mwanyina Tamala; kubanga yali tanamanya musaja; Aminoni nakirowoza nga kizibu okumukola ekigambo kyona.
3 Naye Aminoni yalina mukwanogwe, erinyalye Yonadabu, mutabani wa Simea muganda wa Daudi: era Yonadabu yali musaja mugerengeta-
4 nya nyo. Namugamba nti Ekikuko'za bwotyo bulijo bulijo kiki, gwe omwana wa kabaka? tombulire? Aminoni namugamba nti Mwagala Tamala mwanyina muganda wange Abasalomu.
5 Awo Yonadabu namugamba nti Galamira ku kitandakyo werwazewaze: awo kitawo bwaliba nga'ze okukulaba, nomugamba nti Mwanyinaze Tamala aje, nkwegairide, ampe emere okulya, era afumbe emere mu maso gange ngirabe ngirire mu
6 ngaloze. Awo Aminoni nagalamira neyerwazalwaza: awo kabaka bweyaja okumulaba, Aminoni nagamba kabaka Mwanyinaze Tamala aje, nkwegairide, anfumbire emigati ebiri mu maso gange
7 ndire mu ngaloze. Awo Daudi natuma eka eri Tamala ngayogera nti Genda 'no eri enyumba ya
8 mugandawo Aminoni omufumbire emere. Awo Tamala nagenda eri enyumba ya mugandawe Aminoni; ye ngagalamide. Nadira obuta nabugoya nabumba emigati mu masoge nayokya emigati.
9 Nadira ekikalango nagifuka mu masoge; naye nagana okulya. Aminoni nagamba nti Abasaja bo-
10 na bave wendi. Nebava wali buli musaja. Ami-

noni nagamba Tamala nti Leta emere mu kisenge
ndire mu ngalozo. Tamala nadira emigati gyafu-
mbye nagireta mu kisenge eri Aminoni mwanyina.
Awo bweyagimusembereza okulya namukwata 11
namugamba nti Jangu osule nange, mwanyinaze.
Namudamu nti Neda, mwanyinaze, tonkwata ; 12
kubanga tekigwanide kukola kigambo ekifanana
bwekityo mu Isiraeri : tokola busirusiru buno.
Nange 'no natwala wa obuwemu bwange ? nawe 13
oliba ngomu ku basirusiru mu Isiraeri. Kale 'no,
nkwegairide, yogera ne kabaka ; kubanga taja
kukunyima. Naye natakiriza kuwulira dobozi- 14
rye : naye kubanga yamusinga amanyi namu-
kwata nasula naye. Awo Aminoni nalyoka amu- 15
kyawa ekitakyaika ; kubanga okukyawa kweya-
mukyawa kwasinga okwagala kweyamwagala.
Aminoni namugamba nti Golokoka ogende. Na- 16
yogera nti Neda, kubanga ekyonono kino ekinene
kyonkola ngongoba kisinga kiri kyonkoze. Naye
nataganya kumuwulira. Awo nalyoka aita omu- 17
duwe eyamuwerezanga nayogera nti Fulumya 'no
omukazi ono ave wendi, osibe olugi enyumawe.
Era yali ayambade ekyambalo ekyamabala ama- 18
ngi : kubanga bwebāyambalanga bwebatyo aba-
wala ba kabaka abatamanyi musaja. Awo omu-
duwe namufulumya nasiba olugi enyumawe. Awo 19
Tamala nateka evu ku mutwegwe nayuza ekya-
mbalokye ekyamabala amangi kyeyali ayambade ;
neyetika omukonogwe neyegendera, ngakaba nga-
genda. Abasalomu mwanyina namugamba nti 20
Aminoni mwanyoko abade nawe ? naye kakano
sirika, mwanyinaze : ye mwanyoko ; ekigambo
ekyo kireme okukunakuwaza omwoyo. Awo Ta-
mala nabera mu nyumba ya mwanyina Abasalomu
nga talina ba. Awo kabaka Daudi bweyawulira 21
ebyo byona, nasunguwala nyo. Abasalomu nata- 22
yogera ne Aminoni newakubade ebirungi newa-
kubade ebibi : kubanga Abasalomu nakyawa

Aminoni, kubanga yali akute Tamala mwanyina.

23 Awo olwatuka emyaka ebiri emirambirira bwegyaitawo, Abasalomu yalina abasala ebyoya bwendigaze Ebaali-kazola, ekiri ku bali lya Éferaimu: Abasalomu naita abana ba kabaka bona.
24 Abasalomu naja eri kabaka nayogera nti Laba 'no, omuduwo alina abasala ebyoya byendiga; nkwegairide, kabaka nabadube bagende nomuduwo.
25 Kabaka nagamba Abasalomu nti Neda, mwana wange, tuleme okugenda fena, tuleme okukuzitowerera. Namutairira: naye natakiriza ku-
26 genda, naye namusabira omukisa. Awo Abasalomu nayogera nti Oba oganyi, nkwegairide muganda wange Aminoni agende nafe. Kabaka namugamba nti Ekinaba kimutwala nawe kiki?
27 Naye Abasalomu namutairira akirize Aminoni
28 nabana ba kabaka bona okugenda naye. Awo Abasalomu nalagira abadube ngayogera nti Mwe-'kānye 'no, omutima gwa Aminoni nga gusanyuse olwomwenge; awo bwenabagamba nti Mufumite Aminoni, mumu'te, temutya: si nze mbalagide?
29 mugume emyoyo mube abazira. Abadu ba Abasalomu nebamukola Aminoni nga Abasalomu bwalagide. Awo abana ba kabaka bona nebalyoka bagolokoka, nebebagala buli muntu enyu-
30 mbuye nebaduka. Awo olwatuka bwebāli nga bakyali ku kubo, Daudi naleterwa ebigambo nga bogera nti Abasalomu ase abana ba kabaka bona,
31 tekusigadeko nomu. Awo kabaka nagolokoka nayuza ebyambalobye nagalamira ku taka; abadube bona nebaimirira gyali nga bayuzi'za engoye
32 zabwe. Yonadabu, mutabani wa Simea muganda wa kabaka, nadamu nayogera nti Mukama wange aleme okulowoza nga ba'se abalenzi bona abana ba kabaka; kubanga Aminoni yeka yafude: kubanga Abasalomu yatesa bwatyo ngakimalirira okuva ku lunaku lweyakwata Tamala mwa-

nyina. Kale 'no mukama wange kabaka ekigambo 33
ekyo kireme okumunakuwaza omwoyo okulowoza
ngabana ba kabaka bona bafude: kubanga Ami-
noni yeka yafude. Naye Abasalomu naduka. 34
Awo omulenzi eyakumanga naimusa amasoge
natunula, awo, laba, abantu bangi nga baja nga
bafuluma mu kubo eryokulusozi enyumawe.
Awo Yonadabu nagamba kabaka nti Laba, abana 35
ba kabaka batuse: ngomuduwo bwayogede, bwe-
guli bwegutyo. Awo olwatuka bweyamala okwo- 36
gera, awo, laba, abana ba kabaka nebaja nebaimusa
edobozi lyabwe nebakaba: era ne kabaka naba-
dube bona nebakaba nyo nyini. Naye Abasalomu 37
naduka, nagenda eri Talamai mutabani wa Ami-
kula, kabaka Wegesula. (Daudi) nanakuwalira
mutabaniwe buli lunaku.

Awo Abasalomu naduka nagenda Egesula, 38
namalayo emyaka esatu. Daudi neyegomba oku- 39
vayo okugenda eri Abasalomu: kubanga yaku-
bagizibwa olwa Aminoni, okuba ngafude.

14

Awo Yoabu mutabani wa Zeruia nategera 1
ngomutima gwa kabaka guli eri Abasalomu.
Yoabu natuma Etekoa nakimayo omukazi owa- 2
magezi namugamba nti Nkwegairide, wefule nga-
firidwa, oyambale ebyambalo ebyokufirwa, nkwe-
gairide, so tewesāba mafuta, naye wefule ngomu-
kazi eyakamala ebiro bingi ngakabira omufu:
oingire eri kabaka omugambe bwotyo. Awo 3
Yoabu namuwerera ebigambo. Awo omukazi 4
Owetekoa bweyayogera ne kabaka, navunama
amasoge wansi neyeyanza nayogera nti Mbera, ai
kabaka. Kabaka namugamba nti Obade otya? 5
Nadamu nti Mazima nze ndi mukazi muna-
mwandu, ne baze yafa. Era muzanawo yalina 6

abana babiri, nebalwana bombi ku tale, songa
tewali wa kubatasa, naye omu nafumita mune
7 namu'ta. Awo, laba, ekika kyona kimugolokokedeko muzanawo era bayogera nti Wayo oyo
eyafumita mugandawe tumu'te olwobulamu bwa
mugandawe gweya'ta, netu'ta bwetutyo nomusika: awo bwebatyo banazikiza eryanda lyange
erisigade, nebatamulekera baze linya newakubade
8 ekitundu ekifisewo ku taka lyona. Awo kabaka
nagamba omukazi nti Genda ewuwo, nange nala-
9 gira ebigambobyo bwebinaba. Awo omukazi
Owetekoa nagamba kabaka nti Mukama wange,
ai kabaka, obutali butukirivu bube kunze ne ku
nyumba ya kitange: kabaka abe nga taliko mu-
10 sango nentebeye eyobwakabaka. Kabaka nayogera nti Buli anakugambanga ekigambo kyona,
omuletanga gyendi so talikukwatako lwa kubiri.
11 Awo nalyoka ayogera nti Nkwegairide, kabaka
ajukire Mukama Katondawo, awalana egwanga
lyomusai aleme okweyongera okuzikiriza, baleme
okuzikiriza mutabani wange. Nayogera nti Mu-
kama nga bwali omulamu, tewaliba luviri lumu
12 lwa mutabaniwo oluligwa wansi. Awo omukazi
nayogera nti Nkwegairide, omuzanawo ayogere
ekigambo ne mukama wange kabaka. Nayogera
13 nti Yogera. Omukazi nayogera nti Kale wateseza
ki ekigambo ekifanana bwekityo eri abantu ba
Katonda? kubanga kabaka bwayogera ekigambo
ekyo, ali ng'anga aliko omusango, kubanga ka-
14 baka takomyawo eka owuwe eyagobebwa. Kubanga kitugwanira okufa, era tuli ng'anga ama'zi
agayise wansi agatainzika kuyoleka nate; so Katonda tagyawo bulamu, naye nasala amagezi oyo
15 eyagobebwa aleme okuba omuduse gyali. Kale
'no kubanga nzi'ze okwogera ekigambo ekyo ne
mukama wange kabaka, kyenvude njija kubanga
abantu bantisi'za: omuzanawo nayogera nti Ka-
kano nayogera ne kabaka; mpo'zi kabaka alikola

omuzanawe byamwegairide. Kubanga kabaka 16
anawulira, okuwonya omuzanawe mu mukono
gwomusaja ayagala okunzikiriza fembi ne muta-
baniwe wange okutugya mu busika bwa Katonda.
Awo omuzanawo nalyoka ayogera nti Nkwegai- 17
ride, ekigambo kya mukama wange kabaka kibere
kya kusanyusa: kubanga mukama wange kabaka
ali ng'anga malaika wa Katonda okwawulamu
ebirungi nebibi: era Mukama Katondawo abere
nawe. Awo kabaka nalyoka adamu nagamba 18
omukazi nti Tonkisa, nkwegairide, ekigambo
kyona kyenakubuza. Omukazi nayogera nti Mu-
kama wange kabaka ayogere kakano. Kabaka 19
nayogera nti Omukono gwa Yoabu guli nawe mu
bino byona? Omukazi nadamu nayogera nti
Nga gwe bwoli omulamu, mukama wange kabaka,
tewali ainza okukyana ku mukono ogwadyo ne-
wakubade ku gwa kono okuva ku kigambo kyona
mukama wange kabaka kyayogede: kubanga
omuduwo Yoabu ye yandagira, era ye yawerera
omuzanawo ebigambo bino byona: okuwanyisa 20
ekigambo bwekifanana omuduwo Yoabu kyavude
akola kino: era mukama wange mugezigezi nga-
magezi bwegali aga malaika wa Katonda, oku-
manya byona ebiri munsi. Kabaka nagamba 21
Yoabu nti Laba 'no, ekigambo kino nkikoze:
kale genda omukomyewo omulenzi Abasalomu.
Awo Yoabu navunama amasoge wansi, neye- 22
yanza, namwebaza kabaka: Yoabu nayogera nti
Lero omuduwo amanyi nga ng'anze mu masogo,
mukama wange, ai kabaka, kubanga kabaka
akoze omuduwe kyamwegairide. Awo Yoabu 23
nagolokoka nagenda Egesula naleta Abasalomu
Eyerusalemi. Kabaka nayogera nti Adeyo mu 24
nyumbaye ye, naye aleme okulaba amaso gange.
Awo Abasalomu nadayo mu nyumbaye ye, nata-
laba maso ga kabaka.

Awo mu Isiraeri yena temwali nomu wa kute- 25

nderezebwa nga Abasalomu olwobulungibwe: okuva ku bigerebye wansi okutuka ku bwezinge
26 bwomutwegwe nga taliko kabi. Awo bweyasalanga envirize, [era buli mwaka bwegwagwangako nazisalanga: kubanga zamutowerera, kyeyava azisala:] napima enviri ezokumutwegwe neziba sekeri ebikumi bibiri, ngokupima kwa kabaka bwe-
27 kwali. Awo Abasalomu nazalirwa abana abobulenzi basatu nowobuwala omu, erinyalye Tamala: yali mukazi wa maso malungi.
28 Awo Abasalomu namala emyaka ebiri emirambirira mu Yerusalemi; natalaba maso ga ka-
29 baka. Awo Abasalomu natumya Yoabu, okumutuma eri kabaka; naye natakiriza kuja gyali: awo natumya nate omulundi ogwokubiri, naye
30 natakiriza kuja. Kyeyava agamba abadube nti Laba, enimiro ya Yoabu eriranye neyange, era alina sairi eyo; mugende mugyokye. Awo
31 abadu ba Abasalomu nebokya enimiro. Awo Yoabu nalyoka agolokoka naja eri Abasalomu mu nyumbaye namugamba nti Abadubo bokede ki
32 enimiro yange? Abasalomu namudamu Yoabu nti Laba nakutumira nga njogera nti Jangu wano, nkutume eri kabaka okwogera nti Njijiride ki okuva Egesula? mbera kubera eyo ne kakano kyandibade kirungi gyendi: kale 'no ndabe amaso ga kabaka; era obanga mulimu obutali
33 butukirivu munze, anzite. Awo Yoabu naja eri kabaka namubulira: awo bweyaita Abasalomu, naja eri kabaka, navunama amasoge wansi mu maso ga kabaka: kabaka nanywegera Abasalomu.

15

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Abasalomu neyetegekera egali nembalasi nabas aja atano oku
2 dukiranga mu masoge. Abasalomu nagoloko-

kanga mu makya naimirira ku kubo erya wankaki: awo olwatuka omuntu yena bweyabanga nensonga eyali eyokuja eri kabaka okusalirwa omusango, awo Absalomu namuitanga namugamba nti Oli wa kyalo ki? Nayogera nti Omuduwo wa kika kimu kya Isiraeri. Absalomu 3
namugamba nti Laba, ebigambobyo birungi bya nsonga; naye tewali muntu kabaka gwatikide okukuwulira. Absalomu nayogeranga era nti 4
Singa nze nfulidwa mulamuzi munsi, buli muntu alina ensonga yona oba musango ajenga gyendi, nange nandimukolede ebyensonga! Awo olwa- 5
tuka omuntu yena bweyasemberanga okumweyanza, nagololanga omukonogwe namukwatako namunywegera. Awo bwatyo Absalomu bweya- 6
kolanga Isiraeri yena abajanga eri kabaka okusalirwa emisango: awo Absalomu na'ba bwatyo emyoyo gyabasaja ba Isiraeri.

Awo olwatuka emyaka ana bwegyagwako Aba- 7
salomu nagamba kabaka nti Nkwegairide ng'ende nsasule obweyamo bwange, bwenegama Mukama, Ekeberoni. Kubanga omuduwo yeyama obweyamo 8
bwenali nga ntula Egesula mu Busuli, nga njogera nti Mukama bwalinzirizayo dala Eyerusalemi, awo ndiwereza Mukama. Kabaka namugamba nti 9
Genda mirembe. Awo nagolokoka nagenda Ekeberoni. Naye Absalomu natuma ababaka okubu- 10
nya ebika byona ebya Isiraeri ngayogera nti Bwemunawulira edobozi lyekondere nemulyoka mwogera nti Absalomu ye kabaka Ekeberoni. Era newagenda ne Absalomu abasaja ebikumi 11
bibiri abava Eyerusalemi, abāitibwa nebagenda nga tebamanyiride; so tebategera kigambo kyona. Awo Absalomu natumya Akisoferi Omugiro, 12
eyatesanga ebigambo ne Daudi, okuva mu kibugakye, Egiro, ngawayo sadaka. Okwekoba okwo nekuba namānyi; kubanga abantu nebeyongerayongera bulijo abali ne Absalomu.

13 Awo newaja omubaka eri Daudi ngayogera nti
Emyoyo gyabasaja ba Isiraeri gigoberede Abasa-
14 lomu. Awo Daudi nagamba abadube bona abali
naye Eyerusalemi nti Tugolokoke tuduke; bwetu-
taduke tewabewo kufe anawona Abasalomu:
mwanguye okwegendera, aleme okututukako
amangu natuletako akabi, na'ta ekibuga nobwogi
15 bwekitala. Awo abadu ba kabaka nebagamba
kabaka nti Laba, abadubo betesetese okukola
16 kyona mukama wange kabaka kyanayagala. Ka-
baka nafuluma nabomunyumbaye bona nebamu-
goberera. Kabaka naleka abakazi kumi abazana
17 okukuma enyumba. Awo kabaka nafuluma abantu
bona nebamugoberera; nebabera Ebesi-meraka.
18 Abadube bona nebamuitako ku mabali; Nabake-
resi bona Nabaperesi bona Nabagi'ti bona, abasaja
lukaga abamugoberera okuva Egasi, nebaitawo mu
19 maso ga kabaka. Awo kabaka nagamba I'tai
Omugi'ti nti Nawe ogendera ki nafe? dayo obere
ne kabaka: kubanga oli mugenyi era eyagobebwa;
20 (dayo) ewuwo gwe. Gweyaja olwajo, nandikuta-
mbuzi'za eruwi neruwi wamu nafe lero, kubanga
nze ng'enda gyenyinza okugenda? dayo, o'zeyo ne
bagandabo; okusasira namazima bibere nawe.
21 I'tai namudamu kabaka nayogera nti Mukama
nga bwali omulamu ne mukama wange kabaka
nga bwali omulamu, mazima mu kifo kyona
mukama wange kabaka waliba, oba okufa oba okuba
22 omulamu, eyo nomuduwo gyaliba. Awo Daudi
nagamba I'tai nti Genda osomoke. I'tai Omugi'ti
nasomoka nabasajabe bona nabana abato bona
23 abali naye. Ensi yona nebakaba nedobozi dene,
abantu bona nebasomoka: ne kabaka naye naso-
moka akaga Kidironi, abantu bona nebasomoka,
24 awali ekubo erida mu lukola. Awo, laba, Zadoka
naye (naja) Nabalevi bona nga bali naye, nga basi-
tula sanduke eyendagano ya Katonda; neba'sa
sanduke ya Katonda, Abiasala nayambuka okutusa

abantu bona lwebamala okuva mu kibuga. Ka- 25
baka nagamba Zadoka nti Situla sanduke ya
Katonda ogi'zeyo mu kibuga: bwendiraba ekisa
mu maso ga Mukama, alinkomyawo, aligindaga
yo era nenyumbaye: naye bwalyogera bwatyo 26
nti Sikusanyukira na katono; laba, nze nzuno,
ankole nga bwasima. Era kabaka nagamba Zado- 27
ka kabona nti Gwe toli mulabi? dayo mu kibuga
mirembe, ne batabanibo bombi nawe, Akimaazi
mutabaniwo ne Yonasani mutabani wa Abiasala.
Laba, nze ndirindirira ku misomoko egyomulukola 28
okutusa ekigambo lwekiriva gyemuli okuntegeza.
Awo Zadoka ne Abiasala nebasitula sanduke ya 29
Katonda nebagi'za Eyerusalemi: nebabera eyo.

Awo Daudi nalinya awayambukirwa ku (lusozi) 30
olwemizeituni, nakaba amaziga ngalinya; era yali
yebi'se omutwe nga talina ngato: nabantu bona
abali naye nebebika buli muntu omutwe nebalinya, nga bakaba amaziga nga balinya. Newabawo 31
eyabulira Daudi nti Akisoferi ali mubo abekobanye ne Abasalomu. Daudi nayogera nti Nkwegairide, ai Mukama, fula okutesa kwa Akitoferi
okuba obusirusiru. Awo olwatuka Daudi bweya- 32
tuka ku ntiko awalinyirirwa, kwebäimanga oku-
sinza Katonda, laba, Kusai Omwalaki naja oku-
musisinkana ngayuzi'za ekizibawokye netaka nga
liri ku mutwegwe: Daudi namugamba nti Bwo- 33
noita nange, ononzitowerera: naye bwonodayo mu 34
kibuga nogamba Abasalomu nti Nze ndiba muduwo, ai kabaka; nga bwenabanga omudu wa kitawo
mu biro ebyeda, bwentyo bwendiba omuduwo ka-
kano: awo ononzitira okutesa kwa Akisoferi.
Era tolina eyo wamu nawe Zadoka ne Abiasala 35
bakabona? awo olunatukanga buli kigambo kyona
kyonowuliranga okuva mu nyumba ya kabaka,
onokibuliranga Zadoka ne Abiasala bakabona.
Laba, balina eyo gyebali batabani babwe bombi, 36
Akimaazi mutabani wa Zadoka ne Yonasani muta-

bani wa Abiasala; era abo bemunantumiranga okuntegeza buli kigambo kyemunawuliranga.
37 Awo Kusai mukwano gwa Daudi naingira mu kibuga; Abasalomu naingira mu Yerusalemi.

16

1 Awo Daudi bweyali ngaise ku ntiko (yawayambukirwa) ebanga tono, laba, Ziba omudu wa Mefibosesi nasisinkana naye ngalina endogoi biri eziriko amatandiko, nga zetise emigati ebikumi bibiri nebirimba ebyezabibu enkalu kikumi, nebyebibala ebyekyeya kikumi, nekita kyomwenge.
2 Kabaka nagamba Ziba nti Bino amakulu gabyo ki? Ziba nayogera nti Endogoi za ba mu nyumba ya kabaka okwebagalanga; nemigati nebibala ebyekyeya bya balenzi okulya; nomwenge abali-
3 yongobera mu lukola banywe. Kabaka nayogera nti Nomwana wa mukamawo alirudawa? Ziba nagamba kabaka nti Laba, abera Eyerusalemi: kubanga ayogede nti Lero enyumba ya Isiraeri eri-
4 nziriza obwakabaka bwa kitange. Awo kabaka nagamba Ziba nti Laba, ebya Mefibosesi byona bibyo. Ziba nayogera nti Neyanze; ng'anje mu masogo, mukama wange, ai kabaka.
5 Awo kabaka Daudi bweyatuka Ebakulimu, laba, nemufuluma omwo omusaja owoluganda lwenyumba ya Saulo, erinyalye Simei, mutabani wa Gera: nafuluma naja, nakolima ngaja ngako-
6 lima. Namukasukira Daudi amainja nabadu bona aba kabaka Daudi: nabaŋtu bona nabasaja bona abamānyi bāli ku mukonogwe ogwadyo ne
7 ku gwa kono. Awo Simei nayogera bwatyo bweyakolima nti Vawo, vawo, gwe omusaja owomusai,
8 era omusaja wa Beriali: Mukama azi'za kugwe omusai gwona ogwenyumba ya Saulo, mu kifokye mwoima okufuga; era Mukama awadeyo obwaka-

baka mu mukono gwa Abasalomu mutabaniwo:
era, laba, otegedwa mu lukwerwo gwe, kubanga
oli musaja wa musai. Awo Abisai mutabani wa 9
Zeruia nagamba kabaka nti Embwa eno enfu eki-
naba kimukolimiza mukama wange kabaka kiki?
nsomoke, nkwegairide, mugyeko omutwe. Ka- 10
baka nayogera nti Nfayo ki eri mwe, mwe bata-
bani ba Zeruia? Kubanga akolima era kubanga
Mukama amugambye nti Kolimira Daudi; kale
ani anayogera nti Kiki ekikukoze'za bwotyo?
Daudi nagamba Abisai nabadube bona nti Laba, 11
mutabani wange eyava mu ntumbwe zange anonya
obulamu bwange: Omubenyamini oyo tasinge
nyo? mumuleke akolime; kubanga Mukama
amulagide. Mpo'zi Mukama anatunulira ekibi 12
ekinkoledwa, era Mukama alinsasula obulungi
olwokunkolima lero. Awo Daudi nabasajabe 13
nebatambula mu kubo: Simei naita ku lusozi
okumwolekera, nakolima ngagenda, namukasukira
amainja nayiwa enfufu. Kabaka nabantu bona 14
abali naye nebaja nga bakoye; nawērerawērera
eyo.

Awo Abasalomu nabantu bona abasaja ba Isira- 15
eri nebaja Eyerusalemi ne Akisoferi wamu naye.
Awo olwatuka Kusai Omwalaki, mukwano gwa 16
Daudi, bweyaja eri Abasalomu, Kusai nagamba
Abasalomu nti Kabaka abere omulamu. kabaka
abere omulamu. Abasalomu nagamba Kusai nti 17
Kino kye kisakyo eri mukwanogwo? ekyakulo-
bera okugenda ne mukwanogwo kiki? Kusai na- 18
gamba Abasalomu nti Neda; naye oyo Mukama
nabantu bano nabasaja ba Isiraeri bona gwebalo-
nze ndiba wuwe era ndibera naye. Era nate na- 19
ndiwere'za ani? sandiwererе'za mu maso gomwa-
nawe? nga bwenawererezanga mu maso ga kitawo,
bwentyo bwenaberanga mu masogo. Awo Aba- 20
salomu nagamba Akisoferi nti Sala amagezi bwe-
tuba tukola. Akisoferi nagamba Abasalomu nti 21

Ingira eri abazana ba kitawo balese okukuma enyumba ; awo Isiraeri yena baliwulira nga kitawo akutamidwa : awo emikono gya bona abali nawe
22 negiryoka giba namānyi. Awo nebamutimbira Abasalomu ewema wagulu ku nyumba ; Abasalomu naingira eri abazana ba kitawe mu maso ga
23 Isiraeri yena. Nokutesa kwa Akisoferi, kweyatesanga mu biro ebyo, kwabanga ngomuntu bwabuza awali ekigambo kya Katonda : bwekutyo bwekwabanga okutesa kwona okwa Akisoferi eri Daudi era neri Abasalomu.

17

1 Era nate Akisoferi nagamba Abasalomu nti Kanonde no abasaja kakumi mwenkumi biri nengo-
2 lokoka nengoberera Daudi ekiro kino : era namutukako ngakoye nemikonogye nga minafu nemutisa :
3 nabantu bona abali naye banaduka ; era nakuba kabaka yeka : nabantu bona nabakomyawo gyoli : omusaja gwononya kwenkana bona nga bakomye-
4 wo : awo abantu bona baliba mirembe. Ekigambo ekyo Abasalomu nakisima nyo nabakade ba Isiraeri bona.
5 Awo Abasalomu nayogera nti Mpitira 'no ne Kusai Omwalaki, tuwulire era ye kyanayogera.
6 Awo Kusai nga'ze eri Abasalomu, Abasalomu namugamba nti Akisoferi ayogede bwatyo : tunakola nga bwayogede ? obanga siwewawo, yogera
7 gwe. Awo Kusai nagamba Abasalomu nti Okutesa Akisoferi kwalese omulundi guno si kulungi.
8 Era nate Kusai nayogera nti Omanyi kitawo nabasajabe nga basaja ba mānyi, era nga baliko obusungu mu myoyo gyabwe, ngedubu enyagidwako abana bayo ku tale : era kitawo musaja mulwanyi,
9 so talisula na bantu. Laba, kakano yekwese mu kinya oba walala : awo olunatuka bwewanabawo

kubo abamu abanagwa oluberyeberye, buli ana-
wulira anayogera nti Wabadewo oku'tibwa kungi
mu bantu abagoberera Abasalomu. Awo era no- 10
muzira alina omutima oguli ng'anga omutima gwe-
mpologoma, aliyongoberera dala: kubanga Isirae-
ri yena bamanyi kitawo nga musaja wa mānyi, nabo
abali naye nga basaja bazira. Naye nze nkuwa 11
amagezi okukung'anya gyoli Isiraeri yena, okuva
ku Dani okutuka Ebeeriseba, ngomusenyu oguli
ku tale lyenyanja obungi; nawe mwene otabale.
Awo tulimusanga mu kifo walirabikira, nafe tuli- 12
mugwako ngomusulo bwegugwa ku taka: naye
nabasaja bona abali naye tetulisigazako nomu.
Era nate bwaliba nga yegendede mu kibuga, awo 13
Isiraeri yena alireta emigwa eri ekibuga ekyo, ne-
tukiwalula mu muga, okutusa lwewatalirabikayo
kainja na kamu. Awo Abasalomu nabasaja ba 14
Isiraeri bona nebogera nti Okutesa kwa Kusai
Omwalaki kusinze okutesa kwa Akisoferi. Kuba-
nga Mukama yali atadewo oku'ta okutesa okulungi
okwa Akisoferi, Mukama alyoke alete obubi ku
Abasalomu.

Awo Kusai nagamba Zadoka ne Abiasala baka- 15
bona nti Bwatyo ne bwatyo Akisoferi bwawade
amagezi Abasalomu nabakade ba Isiraeri; nange
'muwade amagezi bwentyo ne bwentyo. Kale 'no 16
mutume mangu mubulire Daudi nti Tosula kiro
kino ku misomoko egyomulukola, naye tolema
kusomoka; kabaka aleme okumalibwawo nabantu
bona abali naye. Era Yonasani ne Akimaazi 17
nebabera ku Enerogeri; omuzana nagendanga
nababulira; nebagenda nebabulira kabaka Daudi:
kubanga tebandiinzise kulabika nga baingira mu
kibuga. Naye omulenzi nabalaba nabulira Aba- 18
salomu: nebegendera bombi mangu nebaja mu
nyumba eyomusaja Ebakulimu, eyalina olu'zi mu
lugyalwe; neba'ka omwo. Omukazi nadira eki- 19
sanikizo nakisanikira ku kamwa kolu'zi, nafu-

kako eng'ano ensekule; so tewāli kigambo kya-
20 manyibwa. Awo abadu ba Abasalomu nebaja eri omukazi mu nyumba; nebogera nti Akimaazi ne Yonasani balirudawa? Omukazi nabagamba nti Basomose akaga akama'zi. Awo bwebamala okubanonya nebatainza kubalaba, nebadayo Eye-
21 rusalemi. Awo olwatuka nga bamaze okugenda nebalinya nebava mu lu'zi nebagenda nebabulira kabaka Daudi: nebamugamba Daudi nti Mugolokoke musomoke ama'zi mangu: kubanga gano
22 ge magezi Akisoferi gabasalide. Awo Daudi nagolokoka nabantu bona abali naye nebasomoka Yolidani: emambya bweyasala nga tekubuzeko
23 nomu kubo atanasomoka Yolidani. Awo Akisoferi bweyalaba nga tebakute kigambo kyatese'za, nateka amatandiko ku ndogoiye nagolokoka nadayo eka mu kibugakye, nalongosa enyumbaye, neyetuga; nafa nebamuzika mu ntana ya kitawe.
24 Awo Daudi naja Emakanaimu. Abasalomu nasomoka Yolidani, ye nabasaja ba Isiraeri bona
25 wamu naye. Abasalomu namufula Amasa omukulu wegye mu kifo kya Yoabu. Era Amasa yali mwana wa musaja erinyalye Isira Omuisiraeri eyaingira eri Abigali muwala wa Nakasi,
26 muganda wa Zeruia nyina Yoabu. Awo Isiraeri ne Abasalomu nebasisira munsi ya Gireada.
27 Awo olwatuka Daudi bweyatuka Emakanaimu, Sobi mutabani wa Nakasi Owera'ba ekyabana ba Amoni ne Makira mutabani wa A'mieri Owerodebala ne Balazirai Omugireada Owerogerimu
28 nebaleta ebitanda nebibya nentamu neng'ano ne sairi nobu'ta neng'ano ensike nebijanjalo nempindi
29 (nempokya) ensike nomubisi gwenjuki nomuzigo nendiga namata gente amakalu, nga bamuletera Daudi nabantu abali naye okulya: kubanga bayogera nti Abantu balumidwa enjala era bakoye era balumidwa enyonta mu lukola.

18

Awo Daudi nabala abantu abali naye nabatekako 1
abami benkumi nabami bebikumi. Daudi nagaba 2
egye, ekitundu ekyokusatu nga kiri wansi womukono gwa Yoabu nekitundu ekyokusatu nga kiri wansi womukono gwa Abisai mutabani wa Zeruia, muganda wa Yoabu, nekitundu ekyokusatu nga kiri wansi womukono gwa I'tai Omugi'ti. Kabaka nagamba abantu nti Nange mwene sireme kutabala namwe. Naye abantu nebogera nti Totabale 3
gwe: kubanga fe bwetunaduka tebaseyo mwoyo eri fe; so fe bwetunafako ekitundu kyafe, tebaseyo mwoyo eri fe: naye gwe kufe wenkana kakumi omuwendo: kale 'no ekisinga obulungi weteketeke okutudukirira ngoima mu kibuga. Kabaka 4
nabagamba nti Kyemusima kyenakola. Kabaka naimirira ku mabali gomulyango, abantu bona nebafuluma ebikumi nenkumi. Awo kabaka 5
nalagira Yoabu ne Abisai ne I'tai ngayogera nti Mumukwata mpola kulwange omulenzi, Abasalomu. Abantu bona nebawulira kabaka bweyalagira abami bona ebigambo bya Abasalomu. Awo abantu nebatabala okulwana ne Isiraeri: 6
olutalo neruba mu kibira kya Eferaimu. Awo 7
abantu ba Isiraeri nebagobebwa eyo mu maso gabadu ba Daudi, newaba eyo ku lunaku olwo okutibwa kungi okwabasaja obukumi bubiri. Ku- 8
banga olutalo lwabuna eyo ensi yona: ekibira neki'ta abantu bangi ku lunaku olwo okusinga ekitala bekya'ta. Awo Abasalomu yali ali awo 9
nasisinkana nabadu ba Daudi. Abasalomu neyebagala enyumbuye, enyumbu neita wansi wamatabi amaziivu agomwera omunene, omutwegwe negukwata ku mwera, nasitulibwa wakati wegulu nensi; enyumbu gyeyali yebagade netambula mu maso. Newaba omusaja eyakiraba 10
nabulira Yoabu nayogera nti Laba, ndabye Aba-

11 salomu ngawanikidwa ku mwera. Yoabu nagamba omusaja eyamubulira nti Okulaba 'no okirabye, awo kiki ekikulobede okumukubira eyo wansi? nange nandikuwade ebitundu ebya feza
12 kumi nolukoba. Omusaja nagamba Yoabu nti Newakubade nga ng'enda okuwebwa mu ngalo zange ebitundu ebya feza lukumi, naye sandigololede mukono gwange ku mwana wa kabaka: kubanga twali tuwulira kabaka nalagira gwe ne Abisai ne I'tai ngayogera nti Mwekume waleme
13 okubawo anakoma ku mulenzi Abasalomu. Naye singa nkoze ebyobulimba oku'ta obulamubwe, [so tewali kigambo ekikwekebwa kabaka,] awo
14 gwe we nyini wandyegyeyo. Awo Yoabu nayogera nti Siinza kutotatota nawe bwentyo. Nadira obusale busatu mu ngaloze nabumufumita Abasalomu mu mutima, bweyali ngakyali mulamu
15 wakati mu mwera. Nabalenzi basatu abasitulanga ebyokulwanyisa ebya Yoabu nebamuzi-
16 ngiza Abasalomu nebamufumita nebamu'ta. Awo Yoabu nafuwa ekondere abantu nebakomawo okugoberera Isiraeri: kubanga Yoabu naziiza
17 abantu. Nebatwala Abasalomu nebamusula mu kinya kiri ekinene mu kibira, nebamutūmira entumo yamainja nene nyo: awo Isiraeri yena
18 nebadukira buli muntu mu wemaye. Era Abasalomu bweyali ngakyali mulamu yadira empagi eri mu kiwonvu kya kabaka nagyesimbira: kubanga yayogera nti Sirina mwana kwebalijukirira erinya lyange: natūma empagi ngerinyalye ye bweryali: era eitibwa kijukizo kya Abasalomu ne lero.

19 Awo Akimaazi mutabani wa Zadoka nayogera nti Kanziruke kakano mutwalire kabaka ebigambo Mukama bwamuwalanide egwanga ku
20 balabebe. Yoabu namugamba nti Totwale bigambo lero, naye olibitwala olulala: naye lero totwale bigambo, kubanga omwana wa kabaka

afude. Awo Yoabu nagamba Omukusi nti Genda 21
obulire kabaka byolabye. Omukusi nakutamira
Yoabu naduka. Awo Akimaazi mutabani wa 22
Zadoka neyeyongera okumugamba Yoabu omu-
lundi ogwokubiri nti Kamale gaduka nange,
nkwegairide, ngoberere Omukusi. Yoabu nayo-
gera nti Oyagalira ki okuduka, mwana wange,
atawebwe mpera olwebigambo? (Nayogera nti) 23
Naye kamale gaduka. Namugamba nti Duka.
Awo Akimaazi naduka mu kubo Eryolusenyi
namuisa Omukusi.

Awo Daudi yali atude wakati wemiryango 24
ebiri: omukumi nalinya wagulu ku wankaki ku
bugwe, naimusa amasoge natunula, awo, laba,
omusaja ngaduka yeka. Omukumi nayogerera 25
wagulu nabulira kabaka. Kabaka nayogera
nti Obanga ali omu, alese ebigambo mu ka-
mwake. Nayanguya okuja nasembera kumpi.
Omukumi nalaba omusaja owokubiri ngadu- 26
ka: omukumi nakowola omu'gazi nayogera nti
Laba, omusaja (owokubiri) ngaduka yeka. Ka-
baka nayogera nti Era naye alese ebiga-
mbo. Omukumi nayogera nti Ndowoza nge- 27
mbiro zoyo akulembede ziri ng'anga embiro za
Akimaazi mutabani wa Zadoka. Kabaka nayo-
gera nti Ye musaja omulungi nebigambo byaz'e
nabyo birungi. Akimaazi nakowola nagamba 28
kabaka nti Mirembe. Navunama amasoge wansi
mu maso ga kabaka nayogera nti Atenderezebwe
Mukama Katondawo, awadeyo abasaja abāgo-
lolera omukono gwabwe ku mukama wange
kabaka. Kabaka nayogera nti Omulenzi Abasa- 29
lomu gyali mirembe. Akimaazi nadamu nti
Yoabu bweyatuma omudu wa kabaka, nze omu-
duwo, nalabye oluyogano olunene, naye nesi-
manya bwerwabade. Kabaka nayogera nti We- 30
kolobye oimirire eno. Nevekolobya naimirira
buimirizi. Awo, laba, Omukusi naja; Omukusi 31

nayogera nti (Muletede) mukama wange kabaka
ebigambo: kubanga Mukama awalanye egwa-
32 ngalye lero kwabo bona abākugolokokerako. Ka-
baka nagamba Omukusi nti Omulenzi Abasalomu
gyali mirembe? Omukusi nadamu nti Abalabe
ba mukama wange kabaka nabo bona abakugolo-
kokerako okukukola akabi babe ngomulenzi oyo
33 bwali. Awo kabaka neyeralikirira nyo nalinya
nagenda munju eri ku wankaki nakaba amaziga:
awo ngagenda nayogera bwatyo nti Ai, mwana
wange Abasalomu, mwana wange, mwana wange
Abasalomu! singa nkufiride, ai Abasalomu, mwa-
na wange, mwana wange!

19

1 Awo nebamubulira Yoabu nti Laba, kabaka
2 akaba amaziga akungubagira Abasalomu. Awo
ku lunaku olwo okuwangula nekufuka okuba
okukungubaga eri abantu bona: kubanga abantu
nebawulira nga bogera ku lunaku olwo nti
3 Kabaka anakuwalira mutabaniwe. Abantu ne-
bada mu kibuga ku lunaku olwo nga basoba,
ngabantu abakwatidwa ensonyi bwebasoba nga
4 baduse mu lutalo. Kabaka nabika ku masoge,
kabaka nakaba nedobozi dene nti Ai mwana
wange Abasalomu, ai Abasalomu, mwana wange,
5 mwana wange. Awo Yoabu naingira mu nyu-
mba eri kabaka, nayogera nti Oswazi'za lero
amaso gabadubo bona, abawonye'za lero obula-
mubwo nobulamu bwa batabanibo ne bawalabo
nobulamu bwa bakazibo nobulamu bwabazanabo;
6 kubanga obagala abakukyawa okyawa abakwa-
gala. Kubanga oyatude lero ngabakulu nabadu
si kintu gyoli: kubanga lero ntegede, singa
Abasalomu abade mulamu nafe fena nga tufude
7 lero, awo wandikisimye nyo. Kale 'no golokoka
ofulume oyogere nabadubo bulungi: kubanga

ndaira Mukama, bwotofulume, tewabere nawe
ekiro kino omusaja nomu : nekyo kirisinga obubi
enaku zona zewakalaba okuva mu butobwo ne
kakano. Awo kabaka nagolokoka natula mu 8
mulyango. Nebabulira abantu bona nti Laba,
kabaka atude mu mulyango : abantu bona neba-
kikira kabaka.

Awo Isiraeri yali adukide buli muntu mu
wemaye. Abantu bona nebaba nga bawakana 9
mu bika bya Isiraeri byona nga bogera nti Kaba-
ka ye yatuwonya mu mukono gwabalabe bafe,
natulokola mu mukono Gwabafirisiti ; awo
kakano aduse Abasalomu okuva munsi. Ne 10
Abasalamu gwetwafukako amafuta okutufuga
afiride mu lutalo. Kale 'no kiki ekibalobera
okwogera ekigambo ekyokukomyawo kabaka ?

Awo kabaka Daudi natumira Zadoka ne Abia- 11
sala bakabona ngayogera nti Mugambe abakade
ba Yuda nti Kiki ekibalwisa mwe okukira bona
okukomyawo kabaka mu nyumbaye ? kubanga
ebigambo bya Isiraeri yena bituse eri kabaka,
(okumuleta) mu nyumbaye. Mwe muli baganda 12
bange, mwe muli magumba gange nomubiri
gwange : kale kiki ekibalwisa okukira bona oku-
komyawo kabaka ? Era mumugambe Amasa nti 13
Toli magumba gange na mubiri gwange ? Katonda
ankole bwatyo nokukirawo, obanga toliba mukulu
wa gye mu maso gange enaku zona mu kifo kya
Yoabu. Nakutamya emitima gyabasaja bona aba 14
Yuda ngomutima gwomuntu omu ; nokutuma
nebamutumira kabaka nga bogera nti Komawo
gwe nabadubo bona. Awo kabaka nakomawo 15
naja ku Yolidani. Abayuda nebaja Egirigali
okugenda okusisinkana ne kabaka, okusomosa
kabaka Yolidani.

Awo Simei mutabani wa Gera, Omubenyamini 16
Owebakulimu nayanguwa naserengeta wamu na-
basaja ba Yuda okusisinkana ne kabaka Daudi.

17 Era newaba naye abasaja lukumi aba Benyamini,
ne Ziba omudu wenyumba ya Saulo ne batabanibe kumi na batano nabadube amakumi abiri
nga bali naye ; nebasomoka Yolidani kabaka nga
18 wali. Eryato neriwunguka okuwungula abomunyumba ya kabaka nokukola nga bwanasima.
Simei mutabani wa Gera navunamira kabaka
19 ngasomose Yolidani. Nagamba kabaka nti Mukama wange aleme okunzisako obutali butukirivu,
so tojukira ekyo omuduwo kyeyakola ngagira
ekyejo ku lunaku mukama wange kabaka lweyava mu Yerusalemi, kimulumye omwoyo kabaka.
20 Kubanga omuduwo amanyi nga nayonona : laba,
kyenvude njija lero nga nze nsose enyumba yona
eya Yusufu okuserengeta okusisinkana ne muka-
21 ma wange kabaka. Naye Abisai mutabani wa
Zeruia nadamu nayogera nti Simei ta'tibwe olwa
kino kubanga yakolimira oyo Mukama gweya-
22 fukako amafuta ? Daudi nayogera nti Nfayo ki
eri mwe, mwe batabani ba Zeruia, mwe okubera
lero abalabe bange ? wanabawo ana'tibwa lero
mu Isiraeri ? kuba simanyi nga ndi kabaka wa
23 Isiraeri lero ? Kabaka nagamba Simei nti Tofe.
Kabaka namulairira.

24 Awo Mefibosesi mutabani wa Saulo naserengeta okusisinkana ne kabaka ; era yali tanabanga
bigere newakubade okumwa ebirevu newakubade okwoza engoyeze okuva ku lunaku kabaka
lweyagenderako okutusa ku lunaku lweyakoma-
25 wo emirembe. Awo olwatuka bweyatuka Eyerusalemi okusisinkana ne kabaka, kabaka namugamba nti Kiki ekyakulobera okugenda nange,
26 Mefibosesi ? Nayogera nti Mukama wange, ai
kabaka, omudu wange yanimba : kubanga omuduwo yayogera nti Nateka amatandiko ku ndogoi
ngyebagale ng'ende ne kabaka ; kubanga omudu-
27 wo mulema. Era yawairiza omuduwo eri mukama wange kabaka ; naye mukama wange kabaka

ali ng'anga malaika wa Katonda: kale kola ekiri
mu masogo ekirungi. Kubanga enyumba yona 28
eya kitange bāli batu bufu mu maso ga mukama
wange kabaka: naye notuza omuduwo mubo
abalya ku mezayo gwe. Kale nina nsonga ki
neyongere okukabira kabaka? Kabaka namu- 29
gamba nti Ekikwogeza ki nate ku bigambobyo?
Nze njogera nti Gwe ne Ziba mugabane ensi.
Mefibosesi nagamba kabaka nti Wewawo, atwale 30
byona, kubanga mukama wange kabaka atuse
mirembe mu nyumbaye ye.

Awo Balazirai Omugireada naserengeta okuva 31
Erogerimu; nasomoka Yolidani wamu ne kabaka
okumusomosa Yolidani. Era Balazirai yali mu- 32
saja mukade nyo, nga yakamaze emyaka kinana:
era yali amulisi'za kabaka bweyali atula Emaka-
naimu; kubanga yali musaja mukulu nyo. Ka- 33
baka nagamba Balazirai nti Jangu osomoke nange,
nange ndikulisiza wamu nange mu Yerusalemi.
Balazirai nagamba kabaka nti Enaku ezemyaka 34
egyobulamu bwange zenkana wa nyambuke ne
kabaka ng'ende Eyerusalemi? Lero nakamaze 35
emyaka kinana: nyinza okwawulamu ebirungi
nebibi? omuduwo awomerwa byendya oba bye-
nywa? nkyainza okuwulira edobozi lyabasaja
abaimba nabakazi abaimba? kale omuduwo yandi-
berede ki nate azitowerera mukama wange kaba-
ka? Omuduwo ayagala okusomoka Yolidani 36
obusomosi wamu ne kabaka: era olwekyo kaba-
ka yandimperede ki empera eyenkanide awo?
Nkwegairide, omuduwo adeyo nate nfire mu ki- 37
buga kyewafe, awali entana ya kitange ne mange.
Naye, laba, omuduwo Kimamu; oyo yaba asomo-
ka ne mukama wange kabaka; era omukolanga
kyolisima. Kabaka nadamu nti Kimamu anaso- 38
moka nange, era ndimukola kyolisima: era kyona
kyolyagala okuntekako, ndikikolera. Abantu 39
bona nebasomoka Yolidani kabaka nasomoka:

kabaka nanywegera Balazirai namusabira omukisa; nadayo mu kifokye ye.

40 Awo kabaka nasomoka nagenda Egirigali, Kimamu nasomoka naye: abantu bona aba Yuda nebasomosa kabaka era nekitundu kyabantu ba
41 Isiraeri. Awo, laba, abasaja ba Isiraeri bona nebaja eri kabaka nebagamba kabaka nti Baganda bafe abasaja ba Yuda baku'bide ki, nebasomosa Yolidani kabaka nabomunyumbaye nabasaja ba
42 Daudi bona wamu naye? Awo abasaja ba Yuda bona nebabadamu abasaja ba Isiraeri nti Kubanga kabaka atuli kumpi mu luganda: kale musunguwalira ki olwekigambo ekyo? twali tulide na katono ekintu kyona ekya kabaka? oba
43 atuwade ekirabo kyona? Awo abasaja ba Isiraeri nebabadamu abasaja ba Yuda nebogera nti Ebitundu kumi ebya kabaka byafe, era fe tulina bingi mu Daudi okukira mwe: kale mwatunyomera ki obutasoka kubuza fe nga mutesa nafe okukomyawo kabaka wafe? Ebigambo ebyabasaja ba Yuda nebisinga obukambwe ebigambo ebyabasaja ba Isiraeri.

20

1 Awo omusaja wa Beriali yali ali eyo, erinyalye Seba, mutabani wa Bikiri, Omubenyamini: nafuwa ekondere nayogera nti Tetulina mugabo mu Daudi so tetulina busika mu mutabani wa Yese:
2 mude buli muntu mu wemaze, gwe Isiraeri. Awo abasaja ba Isiraeri bona nebadayo okugoberera Daudi nebagoberera Seba mutabani wa Bikiri: naye abasaja ba Yuda nebegata ne kabaka wabwe, okuva ku Yolidani o utuka Eyerusalemi.
3 Awo Daudi naja mu nyumbaye Eyerusalemi; kabaka natwala abakazi kumi abazanabe, beyali alese okukuma enyumba, nabateka mu komera nabalisanga, naye nataingira gyebali. Awo ne-

basibibwa okutusa ku lunaku kwebāfira nga tebalina ba'babwe.

Awo kabaka nagamba Amasa nti Mpitira aba- 4
saja ba Yuda bakung'ane enaku satu nga tezinaitawo, nawe oberanga wano. Awo Amasa nagenda 5
okukung'anya Yuda: naye namala ebiro okukira byeyamutekerawo. Daudi nagamba Abisai nti 6
Kakano Seba mutabani wa Bikiri alitukola obubi okusinga Abasalomu bweyakola: twala abadu ba mukamawo omugoberere aleme okwegendera mu bibuga ebiriko enkomera nawona okuva mu maso gafe. Newafuluma okumugoberera abasaja ba 7
Yoabu Nabakeresi Nabaperesi nabasaja bona abamānyi: nebava mu Yerusalemi okuiganya Seba mutabani wa Bikiri. Bwebatuka ku jinja edene 8
eriri mu Gibeoni, Amasa naja okubasisinkana. Era Yoabu yali yesibye ebyambalobye ebyentalo byeyayambala, era nga kuliko olukoba nekitala nga kisibidwa ku kiwatokye mu kirato kyakyo; awo ngafuluma nekisowokamu nekigwa. Yoabu 9
nagamba Amasa nti Oli mirembe, muganda wange? Yoabu nakwata Amasa ku kirevu nomukonogwe ogwadyo okumunywegera. Naye Amasa natasayo 10
mwoyo eri ekitala ekyali mu mukono gwa Yoabu: namufumisa ekyo olubuto nayiwa ebyendabye wansi natamufumita lwa kubiri; nafa. Yoabu ne Abisai mugandawe nebaiganya Seba mutabani wa Bikiri. Awo newaimirira wali omu ku ba- 11
lenzi ba Yoabu nayogera nti Ayagala Yoabu era ali ku luwi lwa Daudi agoberere Yoabu. Era 12
Amasa yali agalamide nga yekulukunya mu musaigwe wakati mu lugudo. Awo omusaja oyo bweyalaba ngabantu bona baimiride buimirizi, nasitula Amasa namugya mu lugudo namutwala ku tale, namusulako ekyambalo, bweyalaba buli amuitako ngaimirira. Awo bweyagyibwa mu 13
lugudo, abantu bona nebeyongerayo nga bagoberera Yoabu, okuiganya Seba mutabani wa Bikiri.

14 Natambula nabunya ebika byona ebya Isiraeri
natuka Eyaberi ne Besimaaka Nababeri bona:
15 nebakung'ana nebamugoberera nabo. Nebaja ne-
bamuzingiza mu Aberi Ekyebesimaaka, nebatūma
ekifunvu ku kibuga nga kyolekera ekigo: abantu
bona abali ne Yoabu nebakonanga bugwe okumu-
16 sula. Awo omukazi owamagezi nayogerera wa-
gulu ngaima mu kibuga nti Muwulire, muwulire;
mbegairide, mumugambe Yoabu nti Sembera wano
17 njogere nawe. Namusemberera; omukazi nayo-
gera nti Gwe Yoabu? Nadamu nti Nze wuyo.
Nalyoka amugamba nti Wulira ebigambo ebyo-
18 muzanawo. Nadamu nti Mpulira. Nalyoka ayo-
gera nti Eda bayogeranga nti Tebalirema kubu-
liza magezi Eyaberi: nebamalira awo (ekigambo).
19 Nze ndi wa kwabo abagala emirembe era abesigwa
mu Isiraeri: oyagala okuzikiriza ekibuga ne
nyina (wabana) mu Isiraeri: oyagalira ki oku-
20 mira obusika bwa Mukama? Yoabu nadamu na-
yogera nti Kidire eri, kidire eri nze okumira oba
21 okuzikiriza. Ekigambo si bwekiri bwekityo:
naye omusaja owensi eyensozi eya Eferaimu, eri-
nyalye Seba mutabani wa Bikiri, agololede omu-
konogwe ku kabaka ku Daudi: mumuweyo ye
yeka, nange nava ku kibuga. Omukazi nagamba
Yoabu nti Laba, omutwegwe gunakasukibwa eri
22 gwe ku bugwe. Awo omukazi nagenda eri abantu
bona namagezige. Nebamusalako omutwe Seba
mutabani wa Bikiri, nebagukasuka eri Yoabu.
Nafuwa ekondere, nebasasana okuva ku kibuga,
buli muntu mu wemaye. Yoabu nadayo Eyeru-
salemi eri kabaka.
23 Awo Yoabu ye yali omukulu wegye lyona erya
Isiraeri: ne Benaya mutabani wa Yekoyada ye
24 yali omukulu Wabakeresi Nabaperesi: ne Ado-
lamu ye yali omusoloza womusolo: ne Yekosafati
25 mutabani wa Akiruda ye yali omujukiza: ne Seva
ye yali omuwandisi: ne Zadoka ne Abiasala be bali

bakabona: ne Ira Omuyaira naye yali mukulu wa Daudi.

21

Awo newaba enjala ku mirembe gya Daudi 1
emyaka esatu buli mwaka nga gudirira gunagwo;
Daudi nanonya amaso ga Mukama. Mukama
nayogera nti Lwa Saulo na lwa nyumbaye eyo-
musai, kubanga ya'ta Abagibeoni. Kabaka naita 2
Abagibeoni nabagamba: [era Abagibeoni tebāli
ba ku bana ba Isiraeri naye ba ku kitundu ekyasi-
gala Ekyabāmoli; nabana ba Isiraeri bāli babalai-
ride: Saulo nayagala okuba'ta ngakwatidwa
obugya olwabana ba Isiraeri ne Yuda:] Daudi 3
nagamba Abagibeoni nti Nabakolera ki? era
natangirira na ki, mulyoke musabire omukisa
obusika bwa Mukama? Awo Abagibeoni neba- 4
mugamba nti Si kigambo kya feza oba zabu eri fe
ne Saulo oba nyumbaye; so tekitusanira ku'ta
muntu yena mu Isiraeri. Nayogera nti Kyemu-
nayogera nakibakolera. Nebagamba kabaka nti 5
Omusaja eyatuzikiriza natusalira amagezi, tumali-
bwewo obutabera mu nsalo zona eza Isiraeri,
baweyo eri fe abasaja musanvu ku batabanibe, 6
netubawanika eri Mukama mu Gibea ekya Saulo
omulonde wa Mukama. Kabaka nayogera nti
Ndibawayo. Naye kabaka nasonyiwa Mefibosesi 7
mutabani wa Yonasani mutabani wa Saulo, olwe-
kirairo kya Mukama ekyali wakati wabwe, wakati
wa Daudi ne Yonasani mutabani wa Saulo. Naye 8
kabaka natwala batabani bombi aba Lizipa muwala
wa Aya, beyazalira Saulo, Alamoni ne Mefibosesi:
ne batabani abatano aba Mikali muwala wa Saulo,
beyazalira Aderieri mutabani wa Balazirai Omume-
kolasi: nabawayo mu mikono Gyabagibeoni, neba- 9
bawanikira ku lusozi mu maso ga Mukama, neba-
fira wamu (bona) omusanvu: era ba'tibwa mu biro

ebyamakungula nga kyebije bisoke, amakungula
10 ga sairi nga gatanude okubawo. Awo Lizipa muwala wa Aya nadira ebibukutu nabyeyalira ku lwazi, okuva ku makungula wegāsokera okutusa ama'zi lwegabafukibwako agava mu gulu; nataganya nyonyi za mu banga kubagwako emi-
11 sana newakubade ensolo ezomunsiko ekiro. Nebabulira Daudi Lizipa muwala wa Aya, omuzana wa
12 Saulo, byeyakola. Daudi nagenda nagya amagumba ga Saulo namagumba ga Yonasani mutabaniwe ku basaja Abeyabesigireada, abāli baga'bye mu lugudo Olwebesisani Abafirisiti gyebagawanikira ku lunaku Abafirisiti kweba'tira Saulo Egiri-
13 boa: nagyayo amagumba ga Saulo namagumba ga Yonasani mutabaniwe; nebakung'anya amagumba
14 gabo abāwanikibwa. Nebazika amagumba ga Saulo ne Yonasani mutabaniwe munsi ya Benyamini mu Zera mu ntana ya Kisi kitawe: nebakola byona kabaka byeyalagira. Awo oluvanyuma lwebyo Katonda neyegairirwa ensi.

15 Awo Abafirisiti nebalwana nate ne Isiraeri; Daudi naserengeta nabadube wamu naye nalwana
16 Nabafirisiti: Daudi nayongobera. Awo Isibibenobu owokubana berintu liri, obuzito bwefumulye (sekeri) za kikomo ebikumi bisatu, nga yesibye
17 (ekitala) ekigya, nayagala oku'ta Daudi. Naye Abisai mutabani wa Żeruia namudukirira nafumita Omufirisiti namu'ta. Awo abasaja ba Daudi nebamulairira nga bogera nti Tokyatabala nafe oleme okuzikiza etabaza ya Isiraeri.

18 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo newaba nate entalo Nabafirisiti Egobu: awo Si'bekai Omukusasi
19 na'ta Safu owokubana berintu liri. Awo newaba nate entalo Nabafirisiti Egobu; awo Erikanani mutabani wa Yaale-olegimu Omubesirekemu na'ta Goliasi Omugi'ti, olunyago lwefumulye lwali
20 ng'anga omuti ogulukirwako engoye. Newaba nate entalo Egasi, nebayo omusaja omuwanvu

enyo, eyalina engalo omukaga ku buli mukono nebinulo omukaga ku buli kigere, omuwendo gwabyo abiri mu bina; era naye yazalirwa erintu liri. Awo bweyasomoza Isiraeri, Yonasani muta- 21
bani wa Simei muganda wa Daudi namu'ta. Abo 22
abana bāzalirwa erintu liri Egasi; nebagwa nomukono gwa Daudi nomukono gwabadube.

22

Awo Daudi nagamba Mukama ebigambo ebyo- 1
luimba luno ku lunaku Mukama kweyamuwonye-
za mu mukono gwabalabebe bona ne mu mukono
gwa Saulo: nayogera nti 2
Mukama lwe lwazi lwange era ekigo kyange
era omulokozi wange, owange nze;
Katonda owolwazi lwange, oyo gwenesiganga; 3
Engabo yange, era ejembe eryobulokozi
bwange, ekigo kyange ekiwanvu, era eki-
dukiro kyange;
Omulokozi wange, gwomponya mu kyejo.
Nakabira Mukama, asanide okutenderezebwa: 4
Bwentyo bwendirokoka eri abalabe bange.
Kubanga amayengo agokufa gānzingiza, 5
Amataba agobutatya Katonda negantisa.
Emigwa egyemagombe gyanetolola: 6
Ebyambika ebyokufa byantukako.
Bwenalaba enaku nenkabira Mukama, 7
Wewawo, nakabira Katonda wange:
Nawulira edobozi lyange ngaima mu yekaluye,
Okukaba kwange nekutuka mu matuge.
Ensi neryoka esagasagana nekankana, 8
Emisingi gyegulu negijulukuka
Negikankanyizibwa, kubanga asunguwade.
Omuka negunyoka okuva mu nyindoze, 9
Nomuliro ogwava mu kamwake negwokya:
Negukwata amanda.

10 Yakutamya negulu naserengeta;
Ekizikiza ekiziivu nekiba wansi webigerebye.
11 Neyebagala kerubi nabuka:
Wewawo, yalabikira ku biwawatiro byempewo.
12 Nafula ekizikiza okuba ewema ezimwetotola,
Ama'zi wegakung'anira, ebire ebiziivu ebyomugulu.
13 Okumasamasa okwali mu masoge
Nekwasa amanda agomuliro.
14 Mukama nabwatuka ngaima mu gulu,
Ali wagulu enyo naleta edobozirye.
15 Nalasa obusale nabasasanya;
(Nawereza) okumyansa naberalikiriza.
16 Awo ensalosalo ezenyanja neziryoka zirabika,
Emisingi gyensi negyeruka,
Olwokunenya kwa Mukama,
Olwokufuwa omuka ogwomunyindoze.
17 Yatuma ngaima wagulu nantwala;
Nampalula nanziya mu ma'zi amangi;
18 Namponya eri omulabe wange owamānyi,
Eri abo abānkyawa; kubanga bānyinga amānyi.
19 Bāngwako ku lunaku kwenalabira enaku:
Naye Mukama ye ya'nyuweza.
20 Era nanfulumya nandeta mu kifo ekigazi:
Yamponya kubanga yansanyukira.
21 Mukama yampa empera ngobutukirivu bwange bwebwali:
Ansasude ngobulongofu bwengalo zange bwebwali.
22 Kubanga nakumanga amakubo ga Mukama,
So sivanga ku Katonda wange lwa kyejo.
23 Kubanga emisangogye gyona gyabanga mu maso gange:
Namatekage sigavangamu.
24 Era nabanga eyatukirira eri ye,
Nenekuma mu butali butukirivu bwange.
25 Mukama kyavude ansasula ngobutukirivu bwange bwebwali:

Ngobulongovu bwange bwebwali mu masoge.
Awali owekisa oneraganga wa kisa, 26
Awali omuntu eyatukirira oneraganga mutukirivu ;
Awali omulongofu oneraganga mulongofu ; 27
Era awali omukakanyavu oneraganga aziiza.
Era olirokola abantu ababonyabonyezebwa: 28
Naye amasogo gatunulira abamalala oba'se wansi.
Kubanga gwe tabaza yange, ai Mukama: 29
Era Mukama alyakira ekizikiza kyange.
Kubanga kululwo nziruka mbiro nenumba eki- 30
bina:
Kulwa Katonda wange mbuka ekigo.
Katonda ekubolye lyatukirira: 31
Ekigambo kya Mukama kyakemebwa;
Oyo ye ngabo eri abo bona abamwesiga.
Kubanga ani Katonda wabula Mukama? 32
Obani lwazi wabula Katonda wafe?
Katonda kye kigo kyange ekyamānyi: 33
Era alung'amya eyatukirira mu kubolye.
Afula ebigerebye okuba (ngebigere) byenangazi: 34
Era anteka ku bifo byange ebigulumivu.
Aigiriza engalo zange okulwana; 35
Emikono gyange negitega omutego ogwekikomo.
Era ompade engabo eyobulokozibwo: 36
Nobuwombefubwo bungulumizi'za.
Wagaziya ebisinde byange wansi wange, 37
Ebigere byange nebitaserera.
Naiganya abalabe bange nembazikiriza ; 38
So sakyuka nate nga tebanamalibwawo.
Era mbamazewo nembafumitira dala nokuinza 39
nebatainza kugolokoka:
Wewawo, bagude wansi webigere byange.
Kubanga onsibye amānyi agokulwana: 40
Owangude wansi wange abo abangolokokerako.
Era abalabe bange obankubi'za amabega, 41
Nzikirize abo abankyawa.

42 Bātunula naye tewali wa kulokola;
Bātunulira Mukama naye natabadamu.
43 Awo nembasekulirasekulira dala ngenfufu eyokunsi,
Nabasamba ngebitosi ebyomungudo nembasasanya.
44 Era omponye'za mu kuwakana kwabantu bange;
Nonkuma okuba omutwe gwamawanga:
Egwanga lyesimanyanga lirimpereza.
45 Banagwanga balinjemulukukira:
Nga kyebaje bampulire baling'ondera.
46 Banagwanga baligwerera,
Era baliva mu bifo byabwe ebyekyama nga bakankana.
47 Mukama mulamu; era lwazi lwange atendere-zebwe;
Agulumizibwe Katonda owolwazi olwobulokozi bwange:
48 Ye Katonda ampalanira egwanga,
Na'sa amawanga wansi wange,
49 Era anziya mu balabe bange:
Wewawo, ongulumiza okusinga abo abangolokokerako:
Omponya eri omusaja owekyejo.
50 Kyenāva nkwebaza, ai Mukama, mu mawanga,
Nenyimba okutendereza erinyalyo.
51 Awa kabakawe obulokozi obunene:
Era amukola ebyekisa ekingi oyo gweyafukako amafuta,
Daudi nezaderye emirembe gyona.

23

ERA bino bye bigambo bya Daudi ebyenkome- 1
rero.
Daudi mutabani wa Yese ayogera,
Era omusaja eyagulumizibwa wagulu ayogera,
Katonda wa Yakobo gweyafukako amafuta,
Era asanyusa olwa zabuli za Isiraeri:
Omwoyo gwa Mukama gwayogerera munze, 2
Ekigambokye nekiba ku lulimi lwange.
Katonda wa Isiraeri yayogera, 3
Lwazi lwa Isiraeri yang'amba:
Omuntu afuga abantu nobutukirivu,
Afuga ngatya Katonda,
(Aliba) ngomusana gwenkya, enjuba bwevayo, 4
Obude obwenkya obutaliko bire;
Omudo omugonvu (bweguva) mu taka,
Olwokwaka okutangalija enkuba ngekede.
Mazima enyumba yange si bweri bwetyo eri 5
Katonda;
Naye yalagana nange endagano eterivawo,
Eyetesetese mu byona era eyenkalakalira:
Kubanga bwe bulokozi bwange bwona era
kyenegomba kyona,
Newakubade nga takikuza.
Naye abatatya Katonda bona baliba ngamagwa 6
agokusindikibwa,
Kubanga tegainzika kukwatibwa na mukono:
Naye omuntu agakomako 7
Kimugwanira okuberera dala nekyuma nolu-
nyago lwefumu;
Era galyokerwa dala omuliro mu kifo kyago.
Gano ge manya agabasaja abamānyi Daudi 8
beyalina: Yosebubasi-sebesi Omutakemoni, omu-
kulu wabami; era bweyali bwatyo Adino Omwe-
zeni, eyalwana nolunana aba'tirwa awamu.
Ereazala namudirira mutabani wa Dodai omwana 9

Womwakoki omu ku basaja abasatu abamānyi abali ne Daudi, bwebasomoza Abafirisiti abali bakung'anide eyo okulwana, nabasaja ba Isiraeri
10 nga bagenze: nagolokoka na'ta Abafirisiti omukonogwe negukowa, omukonogwe negwegata nekitala: Mukama naleta okuwangula okunene ku lunaku olwo; abantu nebadayo enyumawe
11 okunyaga obunyazi. Ne Sa'ma mutabani wa Agee Omukalali ye yamudirira. Awo Abafirisiti bāli bakung'anye okuba ekibina awāli omusiri ogwebijanjalo; abantu nebaduka Abafirisiti.
12 Naye ye naimirira wakati mu musiri nagukuma na'ta Abafirisiti: Mukama naleta okuwangula
13 okunene. Nabasatu ku bakulu amakumi asatu nebaserengeta nebaja eri Daudi mu biro ebyokukungula eri empuku Adulamu; nekibina Kyabafiri-
14 siti bāli basiside mu kiwonvu Lefaimu. Era Daudi yali mu mpuku mu biro ebyo Nabafirisiti
15 abomukigo bāli mu Besirekemu. Awo Daudi neyegomba nayogera nti Singa wabadewo ananywesa ama'zi agava mu lu'zi Olwebesirekemu
16 oluli ku wankaki! Nabasaja abasatu abamānyi nebawaguza mugye Lyabafirisiti nebasena ama'zi mu lu'zi Olwebesirekemu, olwali ku wankaki, nebagatwala nebagaletera Daudi: naye natakiriza
17 kunywako, naye nagafuka eri Mukama. Nayogera nti Kidire eri, ai Mukama, nze okukola kino: (nywe) omusai gwabasaja abagenze nobulamu bwabwe? kyeyava agana okunywako. Ebyo
18 abasaja abasatu abamānyi byebakola. Ne Abisai muganda wa Yoabu mutabani wa Zeruia ye yali omukulu wabasatu abo. Nagalula efumulye okulwana nebikumi bisatu naba'ta naba nerinya
19 mwabo abasatu. Teyali wa kitibwa okusinga abasatu abo? kyeyava afuka omukulu wabwe: era naye teyatuka ku basatu abo (aboluberyeberye).
20 Ne Benaya mutabani wa Yekoyada omwana womusaja omuzira Owekabuzeeri, eyakola ebya

mānyi, na'ta (batabani) ba Alieri wa Moabu
bombi: era yaserengeta na'ta empologoma wakati
mu kinya mu biro ebyomuzira: era ya'ta Omumi- 21
siri, omusaja omulungi: era Omumisiri yali akute
efumu mu mukonogwe; naye naserengeta gyali
ngalina omugo, nasika efumu naligya mu mukono
Gwomumisiri namu'ta nefumulye ye. Ebyo 22
Benaya mutabani wa Yekoyada byeyakola naba
nerinya mu basatu abo abamānyi. Yasinga ekiti- 23
bwa abo amakumi asatu naye teyatuka ku basatu
abo (aboluberyeberye). Daudi namufula omukulu
wabakumi.

Ne Asakeri muganda wa Yoabu yali wa ku ma- 24
kumi asatu abo: Erikanani mutabani wa Dodo
Omubesirekemu; Sa'ma Omukaloda; Erika Omu- 25
kaloda; Kerezi Omupalati, Ira mutabani wa 26
I'kesi Omutekoa; Abiezera Omwanasosi, Mebu'nai 27
Omukusasi; Zalamoni Omwakoki, Makalai Omu- 28
netofasi; Kerebu mutabani wa Baana Omuneto- 29
fasi, I'tai mutabani wa Libai Owegibea ekyabana
ba Benyamini; Benaya Omupirasoni, Ki'dai owo- 30
kubu'ga Obwegaasi; Abi-aliboni Omwalabasi, 31
Azimavesi Omubalakumi; Eriaba Omusaalaboni, 32
batabani ba Yaseni, Yonasani; Sa'ma Omukalali, 33
Akiamu mutabani wa Salala Omwalali; Erifereti 34
mutabani wa Akasibai omwana Womumaakasi,
Eriamu mutabani wa Akisoferi Omugiro; Kezero 35
Omukalameri, Paalai Omwalabi; Igali mutabani 36
wa Nasani Owezoba, Bani Omugada; Zereka 37
Omwamoni, Nakalai Omubeerosi, abamusitulira-
nga ebyokulwanyisa Yoabu mutabani wa Zeruia;
Ira Omuisiri, Galebu Omuisiri; Uliya Omu- 38, 39
kiti: omuwendo gwa bona amakumi asatu mu
musanvu.

24

1 Awo obusungu nebumukwata nate Mukama eri
Isiraeri, nabawerera Daudi ngayogera nti Genda
2 obale Isiraeri ne Yuda. Awo kabaka nagamba
Yoabu omukulu wegye eyali naye nti Genda 'no
oiteite mu bika bya Isiraeri byona, okuva Edani
okutuka Ebeeriseba, mubale abantu ntegere omu-
3 wendo gwabantu. Yoabu nagamba kabaka nti
Mukama Katondawo ayongere 'no ku bantu, bwe-
benkana obungi, emirundi kikumi, namaso ga
mukama wange kabaka gakirabe: naye mukama
wange kabaka lwaki okusanyukira ekigambo
4 ekyo? Naye ekigambo kya kabaka nekisinga
Yoabu nabakulu begye. Yoabu nabakulu begye
nebava mu maso ga kabaka okubala abantu ba
5 Isiraeri. Nebasomoka Yolidani nebasisira mu
Aloera, ku luwi olwadyo olwekibuga ekiri mu
6 kiwonvu kya Gada nokutuka Eyazera: nebalyoka
batuka Egireada ne munsi Eyetatimu-kodesi;
nebatuka Edani-yaani nebetolola okutuka Esido-
7 ni, nebatuka ku kigo Ekyetulo, ne mu bibuga
byona Ebyabakivi Nebyabakanani: nebamalira
8 ku bukika obwadyo obwa Yuda Ebeeriseba. Awo
bwebamala okuitaita munsi yona, nebaja Eyeru-
salemi emyezi mwenda kenaku abiri nga giisewo.
9 Yoabu namuwa kabaka omuwendo gwabantu gwe-
babaze: era wāliwo mu Isiraeri abasaja abazira
obusirivu munana abasowolanga ebitala; nabasaja
ba Yuda bāli abasaja obusirivu butano.
10 Awo omwoyo negumuluma Daudi bweyamala
okubala abantu. Daudi nagamba Mukama nti
Nyononye nyo olwekyo kyenkoze: naye kakano,
ai Mukama, nkwegairide, gyawo obutali butukiri-
vu bwa muduwo; kubanga nkoze ebyobusirusiru
11 bungi nyo. Awo Daudi bweyagolokoka enkya,
ekigambo kya Mukama nekimujira nabi Gada,

omulabi wa Daudi, ngayogera nti Genda ogambe 12
Daudi nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Nkute-
kedewo bino bisatu; werobozeko ekimu nkuki-
kole. Awo Gada naja eri Daudi namubulira na- 13
mugamba nti Emyaka egyenjala musanvu girikujira munsiyo? oba olidukira emyezi esatu mu maso gabalabebo, bo nga bakuiganya? oba walibawo enaku satu eza kawumpuli munsiyo? tesa 'no olowoze bwemba 'mudamu oyo antumye. Awo Daudi nagamba Gada nti Nsobedwa nyo: 14
tugwe 'no mu mukono gwa Mukama; kubanga okusasirakwe kungi: nesigwa mu mukono gwabantu. Awo Mukama naleta kawumpuli ku Isi- 15
raeri okuva enkya okutuka mu biro ebyatekebwawo: awo ku bantu nekufako abasaja obukumi musanvu okuva Edani okutuka Ebeeriseba. Awo 16
malaika bweyagolola omukonogwe eri Yerusalemi okukizikiriza, Mukama neyejusa ekibi, nagamba malaika eyazikiriza abantu nti Kinamala; 'zayo kakano omukonogwo. Era malaika wa Mukama yali ku guliro lya Alauna Omuyebusi. Awo 17
Daudi nagamba Mukama bweyalaba malaika eyalwaza abantu nayogera nti Laba, nze nyononye, era nze nkoze ebyobubambavu: naye endiga zino, bakoze ki bo? nkwegairide, omukonogwo gulwane nange nenyumba ya kitange.

Awo Gada naja eri Daudi ku lunaku olwo na- 18
mugamba nti Yambuka ozimbire Mukama ekyoto mu guliro lya Alauna Omuyebusi. Awo Daudi 19
nayambuka nga Gada bweyayogera nga Mukama bweyalagira. Awo Alauna natunula nalaba ka- 20
baka nabadube nga baja nga bamusemberera: Alauna nafuluma navunama amasoge wansi mu maso ga kabaka. Awo Alauna nayogera nti Mu- 21
kama wange kabaka ajiride ki eri omuduwe? Daudi nayogera nti Okugulana nawe eguliro, okuzimbira Mukama ekyoto, kawumpuli aziizibwe mu bantu. Alauna nagamba Daudi nti Mukama 22

wange kabaka atwale aweyo byanasima byona: laba, ente ezekiwebwayo ekyokebwa, nebintu ebi-
23 wula namatandiko gente okuba enku: bino byona, ai kabaka, Alauna abimuwa kabaka. Alauna nagamba kabaka nti Mukama Katondawo akuki-
24 rize. Kabaka nagamba Alauna nti Neda; naye naligulana nawe nebintu: so siweyo ebiwebwayo ebyokebwa eri Mukama Katonda wange ebitanzitide byange. Awo Daudi nagula eguliro nente ne
25 sekeri eza feza atano. Awo Daudi nazimbira eyo ekyoto eri Mukama, nawayo ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo olwemirembe. Awo Mukama neyegairirirwa ensi, kawumpuli naziizibwa mu Isiraeri.

EKITABO KYA BAKABAKA

EKYOLUBERYEBERYE.

1

Awo kabaka Daudi yali mukade era ngakota- 1
kota ; nebamubikako ebyambalo, naye natafuna
bugumu. Abadube kyebava bamugamba nti 2
Bamunonyeze mukama wange kabaka omuwala
omuto atamanyi musaja : aimirirenga mu maso
ga kabaka, amuwereze ; era agalamirenga mu
kifubakyo, mukama wange kabaka afune ebu-
gumu. Awo nebanonya omuwala omulungi 3
okubuna ensalo zona eza Isiraeri, nebalaba Abisaga
Omusunamu, nebamuletera kabaka. Awo omu- 4
wala yali mulungi nyo; namuwerezanga kabaka
namujanjaba ; naye kabaka natamumanya. Awo 5
Adoniya mutabani wa Kagisi neyegulumiza
ngayogera nti Nze ndiba kabaka: neyetegekera
amagali nabebagala embalasi, nabasaja atano
okudukiranga mu masoge. So kitawe yali tamu- 6
nyizanga nakatono ngayogera nti Kiki ekikuko-
zeza bwotyo ? era yali musaja mulungi nyo ; era
ye yamudako Absalomu. Natesa ne Yoabu 7
mutabani wa Zeruia ne Abiasala kabona : abo
nebamugoberera Adoniya nebamubera. Naye 8
Zadoka kabona ne Benaya mutabani wa Yekoyada
ne Nasani nabi ne Simei ne Lei nabasaja abamanyi
aba Daudi tebali ne Adoniya. Adoniya natira 9
endiga nente nebya sava awali ejinja Zokeresi

eriranye Enerogeri : naita bagandabe bona abana
ba kabaka, nabasaja ba Yuda bona abadu ba
10 kabaka : naye Nasani nabi ne Benaya nabasaja
abamanyi ne Sulemani mugandawe natabaita.
11 Awo Nasani nagamba Basiseba nyina Sulemani
ngayogera nti Towulide nga Adoniya mutabani
wa Kagisi alide, Daudi mukama wafe nga taki-
12 manyi? Kale no jangu, nkwegairide, nkuwe
amagezi, owonye obulamubwo gwe nobulamu bwa
13 mutabaniwo Sulemani. Genda oingire eri kabaka
Daudi, omugambe nti Mukama wange, ai kabaka,
tewalairira muzanawo nti Sulemani mutabaniwo
talirema kulya oluvanyuma lwange, era yalitula
ku ntebe yange? kale kiki ekimulisiza Adoniya?
14 Awo, laba, bwonoba ngokyayogera eyo ne kabaka,
nange naingira oluvanyumalwo, nenyuweza
15 ebigambobyo. Awo Basiseba naingira eri kabaka
mu kisenge : era kabaka yali mukade nyo ; ne
16 Abisaga Omusunamu yawerezanga kabaka. Awo
Basiseba nakutama navunamira kabaka. Kabaka
17 nayogera nti Oyagala ki? Namugamba nti
Mukama wange, walaira Mukama Katondawo eri
muzanawo nti Sulemani mutabaniwo yalirya
oluvanyuma lwange, era yalitula ku ntebe yange.
18 Awo no, laba, Adoniya yalide ; nawe, mukama
19 wange kabaka, tokimanyi : era ase ente nebya
sava nendiga nyingi, era aise abana ba kabaka
bona ne Abiasala kabona ne Yoabu omukulu
20 wegye : naye Sulemani omuduwo tamuise. Nawe,
mukama wange kabaka, amaso ga Isiraeri yena
gali kugwe obabulire alitula ku ntebe ya mukama
21 wange kabaka oluvanyumalwe. Bwotokole bwotyo,
awo olulituka, mukama wange kabaka bwalye-
bakira awamu ne bajajabe, nze ne mutabani
22 wange Sulemani tuliitibwa abononyi. Awo, laba,
bweyali akyayogera ne kabaka, Nasani nabi
23 naingira. Nebabulira kabaka nti Laba, Nasani
nabi. Awo bweyaingira mu maso ga kabaka,

navunama amasoge wansi mu maso ga kabaka.
Nasani nayogera nti Mukama wange, ai kabaka, 24
wayogera nti Adoniya yalirya oluvanyuma
lwange, era yalitula ku ntebe yange? Kubanga 25
aserengese lero, era ase ente nebya sava nendiga
nyingi, era aise abana ba kabaka bona nabakulu
begye ne Abiasala kabona; era, laba, balya era
banywa mu masoge, nebogera nti Kabaka Adoniya
abere mulamu. Naye nze, nze omuduwo, ne 26
Zadoka kabona ne Benaya mutabani wa Yekoyada
nomuduwo Sulemani tatuise. Ekigambo ekyo 27
kikoledwa mukama wange kabaka, nototegeza
badubo alitula ku ntebe ya mukama wange
kabaka oluvanyumalwe? Awo kabaka Daudi na- 28
damu nagamba nti Mpitira Basiseba. Naja awali
kabaka naimirira mu maso ga kabaka. Kabaka 29
nalaira nayogera nti Nga Mukama bwali omulamu
eyanunula ememe yange okugigya mu kabi kona,
mazima nga bwenakulairira Mukama, Katonda 30
wa Isiraeri, nga njogera nti Sulemani mutabaniwo
yalirya oluvanyuma lwange, era yalitula ku ntebe
yange mu kifo kyange; mazima bwentyo bwena-
kola lero. Awo Basiseba navunama amasoge 31
wansi, neyevanza kabaka, nayogera nti Mukama
wange kabaka abere mulamu enaku zona.
Kabaka Daudi nayogera nti Mpitira Zadoka 32
kabona ne Nasani nabi ne Benaya mutabani wa
Yekoyada. Nebaja mu maso ga kabaka. Kabaka 33
nabagamba nti Mutwale wamu namwe abadu ba
mukama wamwe, mumwebagaze Sulemani muta-
bani wange enyumbu yange nze, mumuserengese
Egikoni: awo Zadoka kabona ne Nasani nabi 34
bamufukireko eyo amafuta okuba kabaka wa
Isiraeri: mufuwe ekondere mwogere nti Kabaka
Sulemani abere omulamu. Nemulyoka mwa- 35
mbuka nga mumugoberera, naye anaja natula ku
ntebe yange; kubanga yanaba kabaka mu kifo
kyange: era mutadewo okuba omukulu wa

36 Isiraeri ne Yuda. Benaya mutabani wa Yekoyada
namudamu kabaka nayogera nti Amina: Mukama,
Katonda wa mukama wange kabaka, ayogere
37 bwatyo. Nga Mukama bweyabanga ne mukama
wange kabaka, era aberenga ne Sulemani, afule
entebeye enkulu okusinga entebe ya mukama
38 wange kabaka Daudi. Awo Zadoka kabona ne
Nasani nabi ne Benaya mutabani wa Yekoyada
Nabakeresi Nabaperesi nebaserengeta nebamwe-
bagaza Sulemani enyumbu ya kabaka Daudi,
39 nebamuleta Egikoni. Awo Zadoka kabona nagya
ejembe eryamafuta mu Wema, namufukako ama-
futa Sulemani. Nebafuwa ekondere; abantu
bona nebogera nti Kabaka Sulemani abere omu-
40 lamu. Abantu bona nebambuka okumugoberera,
abantu nebafuwa endere, nebasanyuka esanyu
lingi etaka nokwatika neryatika olwoluyogano
41 lwabwe. Adoniya nabagenyi bona abali naye
nebaluwulira bwebali nga bamala okulya. Awo
Yoabu bweyawulira edobozi lyekondere, nayogera
nti Edobozi lino ekibuga nga kiyogana lya ki?
42 Bweyali ngakyayogera, laba, Yonasani mutabani
wa Abiasala kabona naja: Adoniya nayogera nti
Ingira; kubanga oli musaja mulungi, era olese
43 ebigambo ebirungi. Yonasani nadamu nagamba
Adoniya nti Mazima mukama wafe kabaka Daudi
44 amufude Sulemani kabaka: era kabaka atumye
naye Zadoka kabona ne Nasani nabi ne Benaya
mutabani wa Yekoyada Nabakeresi Nabaperesi,
45 era bamwebagaziza enyumbu ya kabaka: era Zado-
ka kabona ne Nasani nabi bamufukideko amafuta
Egikoni: era bambuse okuvayo nga basanyuka
nokuwuma ekibuga nekiwumira dala. Eryo lye
46 dobozi lyemuwulide. Era Sulemani atude ku
47 ntebe yobwabakabaka. Era nate abadu ba kabaka
nebaja okumusabira mukama wafe kabaka Daudi
nga bogera nti Katondawo afule erinya lya Sule-
mani edungi okusinga erinyalyo, era afule ente-

beye enkulu okusinga entebeyo: kabaka nakutamira ku kitandakye. Era bwati kabaka 48
bwayogede nti Yebazibwe Mukama, Katonda
wa Isiraeri, awade lero owokutula ku ntebe
yange, amaso gange nga gakiraba nokulaba. Awo 49
abagenyi ba Adoniya bona nebatya, nebagolokoka,
nebegendera buli muntu ewuwe. Adoniya nate- 50
kemuka olwa Sulemani; nagolokoka nagenda
nakwata ku mayembe gekyoto. Nebamubulira 51
Sulemani nti Laba, Adoniya atekemukide kabaka
Sulemani: kubanga, laba, akute ku mayembe
gekyoto, ngayogera nti Kabaka Sulemani andai-
rire lero nga taja kuta muduwe nekitala. Sule- 52
mani nayogera nti Bwalyeraga okuba omusaja
omulungi, tewaliba luviriwe oluligwa wansi:
naye obubi bwebulirabika kuye, alifa. Awo 53
kabaka Sulemani natuma, nebamuserengesa okuva
ku kyoto. Naja navunamira kabaka Sulemani:
Sulemani namugamba nti Genda ewuwo.

2

Awo enaku za Daudi nezitera okutuka afe; 1
nakutira Sulemani mutabaniwe ngayogera nti
Nze ngenda bona abomunsi gyebagenda: kale 2
bera namanyi werage obusaja; era okwatanga 3
Mukama Katondawo byeyakukutira, okutambuli-
ranga mu makuboge, okukwatanga amatekage,
nebiragirobye, nebyo byeyategeza, ngebyo bwebiri
ebyawandikibwa mu mateka ga Musa, olyoke
olabenga omukisa mu byona byokola, na buli
gyonokyukiranga: Mukama anyuweze ekiga- 4
mbokye kyeyayogera kunze nti Abanabo bwebalye-
gendereza ekubo lyabwe, okutambuliranga mu
maso gange mu mazima nomutima gwabwe gwona
nememe yabwe yona, tewalikubula [bwatyo
bweyayogera] omusaja ku ntebe ya Isiraeri. Nate 5
omanyi nekyo Yoabu mutabani wa Zeruia

kyeyankola, kyeyakola abakulu ababiri abegye lya Isiraeri, Abinera mutabani wa Nera ne Amasa mutabani wa Yesera, beyata nayiwa omusai ogwomuntalo mu mirembe, nasiga omusai ogwomuntalo ku lukobalwe lweyali yesibye mu kiwato
6 ne mu ngatoze ezali mu bigerebye. Kale mukole ngamagezigo bwegali, so toganya mutwegwe
7 oguliko envi kuka emagombe mirembe. Naye okolanga bulungi batabani ba Balazirai Omugireada, era babenga kwabo abanalyanga ku mezayo: kubanga baja gyendi bwebatyo bwenaduka
8 Absalomu mugandawo. Era, laba, waliwo nawe Simei mutabani wa Gera Omubenyamini Owebakulimu, eyankolimira ekikolimo ekizibu ku lunaku kwenagendera Emakanaimu: naye naserengeta okunsisinkana ku Yolidani, nemulairira Mukama
9 nga njogera nti Sija kukuta na kitala. Kale no tomuitanga ataliko musango, kubanga oli musaja wa magezi; era olimanya ebikugwanira okumukola, nomutwegwe oguliko envi oligusa emagombe
10 nomusai. Awo Daudi neyebakira wamu ne baja-
11 jabe, nebamuzika mu kibuga kya Daudi. Nenaku Daudi zeyafugira Isiraeri zali emyaka amakumi ana: yafugira emyaka musanvu Ekeberoni, nafugira emyaka amakumi asatu mwesatu Eyerusalemi.
12 Awo Sulemani natula ku ntebe ya Daudi kitawe; obwakabakabwe nebunyuwezebwa nyo.
13 Awo Adoniya mutabani wa Kagisi naja eri Basiseba nyina Sulemani. Nayogera nti Oja
14 mirembe? Nayogera nti Mirembe. Nate nayogera nti Ndiko kyenjagala okukubulira. Nayo-
15 gera nti Mbulira. Nayogera nti Omanyi ngobwakabaka bwali bwange, Isiraeri yena nebakaliriza amaso gabwe kunze nze mbulye: naye obwakabaka bukyuse nebufuka bwa muganda wange:
16 kubanga bwali bubwe okuva eri Mukama. Awo no nkusaba ekigambo kimu, tonyima. Namu-

gamba nti Yogera. Nayogera nti Nkwegairide, 17
gamba Sulemani kabaka, [kubanga taku'me,] ampe
Abisaga Omusunamu mufumbirwe. Awo Basiseba 18
nayogera nti Kale ; nakwogererayo eri kabaka.
Basiseba kyeyava agenda eri kabaka Sulemani, 19
okwogererayo Adoniya. Kabaka nagolokoka oku-
musisinkana, namuvunamira, natula ku ntebeye,
natekeza nyina kabaka entebe ; natula ku mukono-
gwe ogwadyo. Awo nayogera nti Nkusaba ekiga- 20
mbo kimu ekitono ; tonyima. Kabaka namugamba
nti Saba, mange ; kubanga siku'me. Nayogera 21
nti Abisaga Omusunamu awebwe Adoniya mu-
gandawo okumufumbirwa. Kabaka Sulemani 22
nadamu nagamba nyina nti Era kiki ekikusabya
Abisaga Omusunamu olwa Adoniya ? musabire
nobwakabaka ; kubanga ye muganda wange omu-
kulu ; sabira ye ne Abiasala kabona ne Yoabu
mutabani wa Zeruia. Awo kabaka Sulemani 23
nalaira Mukama nti Katonda ankole bwatyo
nokukirawo, obanga Adoniya tayogede kigambo
ekyo kya kumusa. Kale no nga Mukama bwali 24
omulamu, a'nyuweze'za nantuza ku ntebe ya
Daudi kitange, era ampade enyumba, nga bweya-
subiza, mazima Adoniya anatibwa lero. Awo 25
kabaka Sulemani natuma mu mukono gwa Benaya
mutabani wa Yekoyada ; namugwako nokufa
nafa. Kabaka nagamba Abiasala kabona nti 26
Wegendere Eyanasosi mu byalobyo gwe ; kuba-
nga osanide okufa : naye sikute mu biro bino,
kubanga wasitulanga sanduke ya Mukama Kato-
nda mu maso ga Daudi kitange, era kubanga
wabonyabonyezebwa mu byona ebyabonyabonya
kitange. Awo Sulemani nagoba Abiasala obutaba 27
kabona eri Mukama ; atukirize ekigambo kya
Mukama, kyeyayogera ku nyumba ya Eri mu
Siro. Ebigambo ebyo nebituka eri Yoabu : 28
kubanga Yoabu yali akyuse okugoberera Adoniya,
newakubade nga teyagoberera Abasalomu. Yoabu

nadukira mu Wema ya Mukama, nakwata ku
29 mayembe gekyoto. Nebamubulira kabaka Sulemani nti Yoabu adukide mu Wema ya Mukama, era laba, ali ku kyoto. Awo Sulemani natuma Benaya mutabani wa Yekoyada ngayogera nti
30 Genda omugweko. Benaya natuka ku Wema ya Mukama, namugamba nti Kabaka bwayogera bwati nti Fuluma. Nayogera nti Neda ; naye nafira wano. Benaya namudiza kabaka ebigambo ngayogera nti Bwatyo bwayogede Yoabu, era
31 bwanzizemu bwatyo. Awo kabaka namugamba nti Kola nga bwayogede, omugweko omuzike ; ogyewo omusai, Yoabu gweyayiwa awatali nsonga,
32 kunze ne ku nyumba ya kitange. Era Mukama ali'za omusaigwe ku mutwegwe ye, kubanga yagwa ku basaja babiri abamusinga obutukirivu nobulungi, nabata nekitala, kitange Daudi natakimanya, Abinera mutabani wa Nera, omukulu wegye lya Isiraeri, ne Amasa mutabani wa Yesera,
33 omukulu wegye lya Yuda. Bwegutyo omusai gwabwe gulida ku mutwe gwa Yoabu ne ku mutwe gwezaderye enaku zona : naye eri Daudi neri ezaderye neri enyumbaye neri entebeye eribayo emirembe enaku zona okuva eri Mukama.
34 Awo Benaya mutabani wa Yekoyada nayambuka namugwako namuta ; nebamuzika mu nyumbaye
35 ye mu lukola. Awo kabaka nasawo Benaya mutabani wa Yekoyada okuba omukulu wegye mu kifokye : kabaka nasawo Zadoka kabona mu
36 kifo kya Abiasala. Kabaka natuma naita Simei namugamba nti Wezimbire enyumba mu Yerusalemi, obere omwo, so tovangayo okugenda yona
37 yona. Kubanga ku lunaku kwolivirayo nosomoka akaga Kidironi, tegerera dala nga tolirema kufa : omusaigwo guliba ku mutwegwo gwe.
38 Simei nagamba kabaka nti Ekigambo ekyo kirungi : nga mukama wange kabaka bwayogede, bwatyo omuduwo bwalikola. Simei namala enaku

nyingi mu Yerusalemi. Awo olwatuka emyaka 39
esatu bwegyagwako, abadu ababiri aba Simei
nebaduka nebaja eri Akisi mutabani wa Maaka
kabaka Wegasi. Nebamubulira Simei nti Laba,
abadubo bali Egasi. Simei nagolokoka nateka 40
amatandiko ku ndogoiye nagenda Egasi eri Akisi
okunonya abadube : Simei nagenda nakima aba-
dube Egasi. Nebamubulira Sulemani nga Simei 41
yagenda Egasi okuva Eyerusalemi era ngako-
myewo. Kabaka natuma naita Simei namugamba 42
nti Sakulaiza Mukama nenkutegereza dala nga
njogera nti Tegerera dala nga ku lunaku kwoli-
virayo notambula okugenda yona yona, tolirema
kufa ? nongamba nti Ekigambo kyempulide
kirungi. Kale kiki ekikulobede okwekuma eki- 43
rairo kya Mukama nekiragiro kyenakulagira ?
Era kabaka nagamba Simei nti Omanyi obubi 44
bwona omutimagwo bwegutegera, bwewakola
Daudi kitange : Mukama kyaliva a'za obubibwo
ku mutwegwo gwe. Naye kabaka Sulemani 45
aliwebwa omukisa, nentebe ya Daudi erinyuwe-
zebwa mu maso ga Mukama enaku zona. Awo 46
kabaka nalagira Benaya mutabani wa Yekoyada;
nafuluma namugwako nokufa nafa. Obwakabaka
nebunyuwezebwa mu mukono gwa Sulemani.

3

Awo Sulemani nabera mukodomi wa Falao 1
kabaka Wemisiri, natwala muwala wa Falao,
namuleta mu kibuga kya Daudi, okutusa lweya-
mala okuzimba enyumbaye ye, nenyumba ya
Mukama, ne bugwe Weyerusalemi enjuwi zona.
Kyoka abantu nebawerangayo sadaka mu bifo 2
ebigulumivu, kubanga tewali nyumba eyazi-
mbirwa erinya lya Mukama okutusa ku biro ebyo.
Sulemani namwagala Mukama, ngatambulira mu 3
mateka ga Daudi kitawe : kyoka yawerangayo

sadaka era yayokeranga obubane ku bifo ebigulumivu.
4 Awo kabaka nagenda Egibeoni okuwerayo sadaka; kubanga ekyo kye kyali ekifo ekigulumivu ekikulu: Sulemani nawerayo ku kyoto ekyo
5 sadaka ezokebwa lukumi. Mukama nalabikira Sulemani Egibeoni mu kiroto ekiro: Katonda
6 nayogera nti Saba kyemba nkuwa. Sulemani nayogera nti Wamukola bulungi nyo omuduwo Daudi kitange, nga bweyatambula mu masogo mu mazima ne mu butukirivu ne mu bugolokofu bwomutima wamu nawe; era wamuterekera ekisa kino ekinene kubanga omuwade omwana owoku-
7 tula ku ntebeye, nga bwekiri lero. Era no, ai Mukama Katonda wange, ofude omuduwo kabaka mu kifo kya Daudi kitange: nange ndi mwana muto: simanyi kufuluma newakubade okuingira.
8 Era omuduwo ali wakati mu bantubo bewalonda, egwanga edene, eritainzika kubalibwa newakubade
9 okugatibwa obungi. Kale muwe omuduwo omutima omutegevu okusalanga emisango gyabantubo, njawulemu ebirungi nebibi: kubanga ani ainza lero okusala emisango gyegwangalyo lino ekulu?
10 Awo ebigambo ebyo nebisanyusa Mukama,
11 kubanga Sulemani asabye ekyo. Katonda namugamba nti Kubanga osabye kino, so tewesabide kuwangala; so tewesabide bugaga, so tewesabide bulamu bwa balabebo: naye wesabide obutegevu okwawulamu emisango:
12 laba, nkoze ngekigambokyo bwekiri: laba, nkuwade omutima omugezigezi era omutegevu; obutabangawo akwenkana okusoka gwe, so noluvanyumalwo tewaligolokoka akwenkana.
13 Era nkuwade nebyo byotosabye, obugaga nekitibwa, obutabangawo mu bakabaka nomu akwe-
14 nkana enakuzo zona. Era bwonotambuliranga mu makubo gange, okukwatanga amateka gange nebiragiro byange, nga kitawo Daudi bweyata-

mbula, awo ndyongera ku nakuzo. Awo Sulemani 15
nazukuka, era, laba, kyali kiroto: naja Eyeru-
salemi naimirira mu maso gesanduke eyendagano
ya Mukama, nawayo ebiwebwayo ebyokebwa
nawayo ebiwebwayo olwemirembe, nafumbira
abadube bona embaga.

Awo newaja eri kabaka abakazi babiri, abali abe- 16
nzi, nebaimirira mu masoge. Omukazi omu nayo- 17
gera nti Ai mukama wange, nze nomukazi ono tu-
sula mu nyumba emu ; nenzala omwana (nga ndi)
wamu naye mu nyumba. Awo olwatuka nga na- 18
kamaze enaku satu okuzala, omukazi ono nazala
naye ; era twali wamu ; tewali mugenyi wamu
nafe mu nyumba, wabula fe fembi mu nyumba.
Awo omwana womukazi ono nafa ekiro ; kubanga 19
yamwebakira. Nagolokoka mu tumbi nagya 20
omwana wange mu mbirizi zange, omuzanawo nga
yebase, namuteka mu kifubakye, nateka omwa-
nawe afude mu kifuba kyange. Awo bwena- 21
golokoka enkya okuyonsa omwana wange, laba,
ngafude: naye bwenakifumitiriza enkya, laba, nga
siye mwana wange gwenazala. Omukazi omulala 22
nayogera nti Neda ; naye omulamu ye mwana
wange, nomufu ye mwanawo. Nono nayogera nti
Neda; naye omufu ye mwanawo, nomulamu ye
mwana wange. Bwebatyo bwebayogera mu maso
ga kabaka. Awo kabaka nayogera nti Omu ayo- 23
gera nti Ono omulamu ye mwana wange, nomufu
ye mwanawo : mune nayogera nti Neda: naye
omufu ye mwanawo, nomulamu ye mwana wange.
Awo kabaka nayogera nti Mundetere ekitala. 24
Nebaleta ekitala mu maso ga kabaka. Kabaka 25
nayogera nti Musalemu omwana omulamu,
mumuwe omu kitundu ne mune kitundu. Awo 26
omukazi nyina womwana omulamu nalyoka
agamba kabaka, kubanga omwoyogwe gwalu-
mirwa omwanawe, nayogera nti Ai mukama
wange, muwe ye omwana omulamu, so tomuta

nakamu. Naye omulala nayogera nti Taliba
27 wange newakubade owuwo ; mumusalemu. Awo
kabaka nadamu nayogera nti Mumuwe ye
omwana omulamu, so temumutanga nakamu : oyo
28 ye nyina. Isiraeri yena nawulira omusango
kabaka gwasaze ; nebatya kabaka : kubanga
balaba ngamagezi ga Katonda gali muye, okusa-
langa emisango.

4

1 Awo kabaka Sulemani naba kabaka wa Isiraeri
2 yena. Era bano be bakulu beyalina; Azaliya mu-
3 tabani wa Zadoka, kabona ; Erikolefu ne Akiya,
batabani ba Sisa, abawandisi ; Yekosafati muta-
4 bani wa Akiruda, omujukiza ; ne Benaya muta-
bani wa Yekoyada ye yali omukulu wegye ; ne
5 Zadoka ne Abiasala be bali bakabona ; ne Azaliya
mutabani wa Nasani ye yali omukulu wabami ;
ne Zabuda mutabani wa Nasani ye yali kabona,
6 mukwano gwa kabaka ; ne Akisala ye yali saba-
kaki ; ne Adoniramu mutabani wa Abuda ye yali
7 omusoloza. Era Sulemani yalina abami kumi na
babiri abakulira Isiraeri yena, abalabiranga
kabaka nabomunyumbaye ebyokulya : buli muntu
kyamugwanira okusololeza omwezi gumu buli
8 mwaka. Ne gano ge manya gabwe : Benikula,
9 munsi eyensozi eya Eferaimu : Benidekera, mu
Makazi ne mu Saalibimu ne mu Besisemesi ne mu
10 Eronibesikanani : Benikeseda, mu Alubosi ; Soko
11 kyali kikye, nensi yona Eyekefera : Beniabina-
dabu, mu kifo kyona ekigulumiyu Ekyedola ; ye
12 yafumbirwa Tafasi muwala wa Sulemani : Baana
mutabani wa Akiruda, mu Taanaka ne Megido
Nebesiseani ekiri ku mabali Gezalesani, wansi
Weyezereeri, okuva ku Besiseani okutuka ku
13 Aberimekola, okuita ku Yokimeamu : Benigebera,
mu Lamosigireada ; ebibuga bya Yaira mutabani

wa Manase ebiri mu Gireada byali bibye ; esaza
Alagobu eriri mu Basani lyali lirye, ebibuga
ebinene amakumi asatu ebyalina bugwe nebisiba
ebyebikomo : Akinadabu mutabani wa Ido, mu 14
Makanaimu: Akimaazi, mu Nafutali ; naye yafu- 15
mbirwa Basemasi muwala wa Sulemani : Baana 16
mutabani wa Kusai, mu Aseri ne mu Bealosi : Ye- 17
kosafati mutabani wa Palua, mu Isakali : Simei 18
mutabani wa Era, mu Benyamini : Gebera muta- 19
bani wa Uli, munsi ya Gireada, ensi ya Sikoni
kabaka Wabamoli ne Oga kabaka Webasani; naye
(yali) mwami yeka eyali munsi. Yuda ne Isiraeri 20
bali bangi, ngomusenyu oguli ku tale lyenyanja
obungi, nga balya era nga banywa era nga basa-
nyuka.

Awo Sulemani nafuga obwakabaka bwona 21
okuva ku Muga okutuka kunsi Eyabafirisiti,
nokutuka ku nsalo Eyemisiri : baletanga ebirabo,
nebawereza Sulemani enaku zona ezobulamubwe.
Awo ebyokulunaku olumu byebamusololezanga 22
Sulemani byali ebigero ebyobuta obulungi ama-
kumi asatu, nebigero ebyobuta nkaga; ente eza 23
sava kumi, nente ezava mu dundiro amakumi
abiri, nendiga kikumi, obutasako njaza na mpeyo
na nangazi na nkoko zebasavuwazanga. Kubanga 24
yafuganga ensi yona eri emitala weno Womuga,
okuva Etifisa okutuka Egaza, ngafuga bakabaka
bona abali emitala weno Womuga : era yalina
emirembe enjuwi zona okumwetolola. Yuda ne 25
Isiraeri yena nebatula mirembe, buli muntu
wansi womuzabibugwe nomutinigwe, okuva
Edani okutuka Ebeeriseba, emirembe gyona egya
Sulemani. Era Sulemani yalina ebisibo byemba- 26
lasi obukumi buna olwamagalige, nabasaja abeba-
gala embalasi kakumi mwenkumi biri. Abami 27
abo nebalabiranga kabaka Sulemani nabo bona
abaja ku meza ya kabaka Sulemani ebyokulya,
buli muntu mu mwezigwe : tebaganyanga kintu

28 kyona kubulawo. Era baletanga ne sairi nesubi olwembalasi nensolo ezembiro mu kifo (abami) gyebali, buli muntu ngomulimu bwegwali gweyalagirwa.
29 Katonda namuwa Sulemani amagezi nokutegera kungi nyo, nomwoyo omukulu, ngomusenyu oguli
30 ku tale lyenyanja. Amagezi ga Sulemani negakira amagezi gona agabana bebuvanjuba, nama-
31 gezi gona Agemisiri. Kubanga yakira abantu bona amagezi; yakira Esani Omwezeraki ne Kemani ne Kalakoli ne Dalida, batabani ba Makoli: erinyalye neryatikirira mu mawanga
32 gonâ agetolode. Nayogera engero enkumi satu:
33 nenyimbaze zali lukumi mu tano. Nayogera ku miti, okuva ku muvule oguli ku Lebanoni okutuka ku ezobu amera ku bugwe: yayogera ne ku
34 nsolo nenyonyi nebyewalula nebyenyanja. Awo newaja ku mawanga gona okuwulira amagezi ga Sulemani, nga bava eri bakabaka bona abensi, abali bawulide ku magezige.

5

1 Awo Kiramu kabaka Wetulo natuma abadube eri Sulemani; kubanga yawulira nga bamufuseko amafuta okuba kabaka mu kifo kya kitawe: kubanga Kiramu obweda yamwagalanga Daudi.
2, 3 Sulemani natumira Kiramu ngayogera nti Omanyi Daudi kitange nga teyainza kuzimbira linya lya Mukama Katondawe enyumba olwentalo ezamwetolola enjuwi zona, okutusa Mukama lweyaba-
4 teka wansi webigerebye. Naye kakano Mukama Katonda wange ampade emirembe enjuwi zona;
5 tewali mulabe newakubade akabi akaja. Era, laba, nteseza okuzimbira erinya lya Mukama Katonda wange enyumba, nga Mukama bweyagamba Daudi kitange nti Mutabaniwo gwenditeka ku ntebeyo mu kifokyo yalizimbira erinya lyange
6 enyumba. Kale no lagira bantemere emivule ku

Lebanoni ; nabadu bange baliba wamu nabadubo ;
era ndikuwa empera olwabadubo nga byona bwe-
biriba byoligamba: kubanga omanyi nga kufe
tekuli nomu alina amagezi okutema emiti okwe-
nkana Abesidoni. Awo olwatuka Kiramu bweya- 7
wulira ebigambo bya Sulemani, nasanyuka nyo
nayogera nti Mukama yebazibwe lero amuwade
Daudi omwana owamagezi okufuga egwanga lino
ekulu. Awo Kiramu natumira Sulemani ngayo- 8
gera nti Mpulide byontumide: nakola byona byo-
yagala ebyemiti egyemivule nemiti egyemibero-
si. Abadu bange baligigya ku Lebanoni 9
nebagiserengesa ku nyanja : era ndigisengeka
okuba ebitindiro okuita ku nyanja okugenda mu
kifo kyolindaga, era ndiragira okugisumululira
eyo, nawe oligiwebwa : era olikola kyenjagala
bwonowanga emere eyabomunyumba yange. Awo 10
Kiramu nawa Sulemani emiti egyemivule nemiti
egyemiberosi nga byona bwebyali byeyayagala.
Sulemani nawa Kiramu ebigero byengano obu- 11
kumi bubiri okuba emere eyabomunyumbaye,
namafuta amalongofu ebigero amakumi abiri :
bwatyo Sulemani bweyawanga Kiramu buli
mwaka. Mukama nawa Sulemani amagezi, nga 12
bweyamusubiza ; newaba emirembe eri Kiramu
ne Sulemani; nebalagana endagano bombi.

Awo kabaka Sulemani nasoloza abantu mu 13
Isiraeri yena ; abasolozebwa nebaba abasaja
obukumi busatu. Nabasindika Erebanoni, buli 14
mwezi kakumi mu mpalo : bamalanga omwezi ku
Lebanoni, nemyezi ebiri ewabwe : era Adoniya ye
yali omugabe wabo abasolozebwa. Era Sulemani 15
yalina obukumi musanvu abasitulanga emigugu,
nobukumi munana abatemeranga ku nsozi ; obu- 16
tasako bami ba Sulemani abakulu abalabirira
omulimu, enkumi satu mwebikumi bisatu, aba-
fuga abantu abakola omulimu. Kabaka nalagira 17
nebatema nebagyayo amainja amanene, amainja

agomuwendo omungi, okusawo emisingi gyenyu-
18 mba namainja amabaje. Abazimbi ba Sulemani nabazimbi ba Kiramu Nabagebali nebagalongosa, nebategeka emiti namainja okuzimba enyumba.

6

1 Awo olwatuka mu mwaka ogwebina mu kinana abana ba Isiraeri nga bamaze okuva munsi Yemisiri, mu mwaka ogwokuna Sulemani kasokede afuga Isiraeri, mu mwezi Zivu gwe mwezi ogwokubiri, natanula okuzimba enyumba ya Mukama.
2 Nenyumba kabaka Sulemani gyeyazimbira Mukama, obuwanvu bwayo bwali emikono amakumi asatu, nobugazi bwayo (emikono) amakumi abiri, nobugulumivu bwayo emikono amakumi asatu.
3 Nekisasi (ekiri) mu maso geyekalu yenyumba, obuwanvu bwakyo bwali emikono amakumi abiri, ngobugazi bwenyumba bwebwali: obugazi bwakyo mu maso genyumba bwali emikono kumi.
4 Nakola mu nyumba ebituli ebyomulimu omuluke
5 obutabikulwa. Ne ku kisenge kyenyumba nazimbako enju okwetolola, ku bisenge byenyumba okwetolola, ebyeyekalu era nebyawaimibwa okwo-
6 gera: nakolawo ebisenge ebyokubali okwetolola: enju eyawan-i obugazi bwayo emikono etano, neya wakati obugazi bwayo emikono mukaga, neyokusatu obugazi bwayo emikono musanvu: kubanga (ku kisenge) kyenyumba ebweru okwetolola yasalako (emiti) gireme okukwata mu kisenge kyenyumba.
7 Nenyumba bwebali bagizimba yazimbibwa namainja agalongosezwa gyebagabajira: so tewali nyondo newakubade embazi newakubade ekintu kyona ekyekyuma ekyawulirwa mu nyumba bwe-
8 bali bagizimba. Olugi olwebisenge ebyokubali ebya wakati lwali ku kuwi olwadyo olwenyumba: nebalinyiranga ku madala agenyolanyola okugenda mu (bisenge) ebya wakati, nebava mu bya

wakati nebagenda mu byokusatu. Bwatyo bwe- 9
yazimba enyumba, nagimala; enyumba nagibi-
kako emiti nembawo ezemivule. Enyumba yona 10
nagizimbako enju, buli nju obugulumivu bwayo
emikono etano: nezesigama ku nyumba nemiti
gyemivule.

Ekigambo kya Mukama nekimujira Sulemani 11
nga kyogera nti Ebyenyumba eno gyozimba, bwo- 12
notambuliranga mu mateka gange, notukiriza
emisango gyange, nokwata ebiragiro byange byona
okubitambulirangamu: awo ndinyuweza ekiga-
mbo kyange nawe, kyenagamba Daudi kitawo.
Era ndibera mu bana ba Isiraeri, so sirireka bantu 13
bange Isiraeri.

Awo Sulemani nazimba enyumba nagimala. 14
Nazimba ebisenge byenyumba munda nemiti 15
gyemivule; okuva wansi wenyumba okutuka ku
bisenge ebyomukasolya, nabibikako munda emiti:
nawansi wenyumba nayalirawo embawo ezemibe-
rosi. Nazimba emikono abiri mu njuwi eze- 16
nyumba ezenyuma nembawo ezemivule okuva
wansi okutuka ku bisenge: yazimba muyo munda
okuba awaimibwa okwogera okuba awatukuvu
enyo. Nenyumba ye yekalu (eri) mu maso 17
(gawaimibwa okwogera), (obuwanvu bwayo) bwali
emikono amakumi ana. Ne ku nyumba munda 18
kwaliko emivule egyayolebwako entabwa nebi-
muli ebyanjulukuse: byona byali bya mivule:
tewali jinja eryalabika. Nategeka awaimibwa 19
okwogera wakati mu nyumba munda, okutekamu
sanduke eyendagano ya Mukama. Ne munda 20
wawaimibwa okwogera mwalimu (ebanga) eye-
mikono amakumi abiri obuwanvu nemikono
amakumi abiri obugazi, nemikono amakumi
abiri obugulumivu bwalyo: nabikako zabu eno-
ngofu: ekyoto nakibikako emivule. Awo Sule- 21
mani nabika ku nyumba munda ezabu enongofu:
natimba emikufu egya zabu mu maso gawaimibwa

22 okwogera: nabikako zabu. Enyumba yona nagi-
bikako ezabu, okutusa enyumba yona lweyagwa:
era nekyoto kyona ekyawaimibwa okwogera
23 nakibikako ezabu. Era awaimibwa okwogera
nakolawo bakerubi babiri abemiti egyemizeituni,
24 buli kerubi obuwanvubwe emikono kumi. Neki-
wawatiro ekimu ekya kerubi kyali emikono
etano, nekiwawatiro ekyokubiri ekya kerubi emi-
kono etano: ekiwawatiro ekimu wekikoma ne
kinakyo wekikoma, ebanga lyali emikono kumi.
25 Ne kerubi owokubiri yali emikono kumi: bake-
rubi bombi ekigero kyabwe kimu nembala yabwe
26 emu. Kerubi omu obugulumivubwe bwali emi-
kono kumi, nobwa kerubi owokubiri bwebutyo.
27 Nateka bakerubi mu nyumba eyomunda: nebi-
wawatiro bya bakerubi byali bibambidwa bwebi-
tyo ekiwawatiro kyomu nokukwata nekikwata ku
kisenge eruwi, nekiwawatiro kya kerubi owoku-
biri nekikwata ku kisenge eruwi; nebiwawatiro
byabwe nebikwataganira wakati wenyumba.
28, 29 Bakerubi nababikako zabu. Nayola ku
bisenge byona ebyenyumba okwetolola enjola
eza bakerubi nenkindu nebimuli ebyanjulukuse,
30 munda nebweru. Ne wansi wenyumba nabikako
31 zabu, munda nebweru. Nawaingirirwa awaimi-
bwa okwogera nakolawo enzigi ezemiti egyemize-
ituni: akabuno nemifubeto byali kitundu kya
32 kutano (kya kisenge). Awo (nakola) enzigi biri
ezemiti egyemizeituni; nazolako enjola bakerubi
nenkindu nebimuli ebyanjulukuse, nazibikako
zabu; nayalira zabu ku bakerubi ne ku nkindu.
33 Era bwatyo nakolera omuzigo ogwa wankaki wa
yekalu emifubeto gya mizeituni, ku kitundu
34 (kyekisenge) ekyokuna; nenzigi biri za miberosi;
embawo zombi ezolugi olumu nga zikyuka, ne-
mbawo zombi ezolugi olwokubiri nga zikyuka.
35 Nayolako bakerubi nenkindu nebimuli ebyanju-
lukuse: nabibikako zabu eyanyigirizibwa ku

mulimu ogwenjola. Nazimba olugya olwomunda 36
nembu satu ezamainja amabaje, nolubu olwemiti
egyemivule. Nebasawo emisingi gyenyumba ya 37
Mukama mu mwaka ogwokuna, mu mwezi Zivu.
Ne mu mwaka ogwekumi nogumu, mu mwezi 38
Buli, gwe mwezi ogwomunana, nebamala enyumba
mu bitundu byayo byona, era ngembala yayo yona
bweyali. Bwatyo yamala emyaka musanvu oku-
gizimba.

7

SULEMANI namala emyaka kumi nesatu ngazi- 1
mba enyumbaye ye, namala enyumbaye yona.
Kubanga yazimba enyumba eyekibira kya Leba- 2
noni; obuwanvu bwayo bwali emikono kikumi,
nobugazi bwayo emikono amakumi atano, nobu-
gulumivu bwayo emikono amakumi asatu, kumbu
nya ezempagi ezemivule, emiti egyemivule nga
ziri ku mpagi. Nebikibwako wagulu emivule ku 3
mikikiro ana mwetano egyali ku mpagi; buli
lubu kumi netano. Era waliwo embu satu ezitu- 4
nulirwamu, nekituli nga kyolekera kituli kinakyo
mu nyiriri satu. Era emizigo gyona nemifubeto 5
nga gyenkanankana okutunulirwamu: nekituli
kyayolekera kituli kinakyo mu nyiriri satu.
Nakola ekisasi nempagi: obuwanvu bwakyo bwali 6
emikono amakumi atano, nobugazi bwakyo
emikono amakumi asatu; ne mu maso gazo
kisasi; ne mu maso gazo mpagi na miti minene.
Nakola ekisasi kyentebe waba aima okusalanga 7
emisango, kye kisasi ekyemisango: era kyabiki-
bwako emivule okuva wansi okutuka ku buzizi.
Nenyumbaye gyaba atulamu, olugya olulala 8
munda wekisasi, yali ya mulimu gumu na guli.
Era nakolera muwala we Falao enyumba, [Sule-
mani gweyali afumbidwa,] okufanana ngekisasi
ekyo. Ezo zona zali za mainja ga muwendo 9

mungi, ga mainja mabaje, nga bwegagerebwa agasalibwa nemisomeno, munda nebweru, okuva ku musingi okutuka ku mainja aga wagulu, era bwegatyo nebweru okutuka ku lugya olukulu.
10 Nomusingi gwali gwa mainja ga muwendo mungi, amainja amanene, amainja agemikono kumi,
11 namainja agemikono munana. Ne wagulu waliwo amainja agomuwendo omungi, amainja amabaje,
12 nga bwegagerebwa, nemiti egyemivule. Nolugya olukulu olwetolode lwalina embu satu ezamainja amabaje, nolubu lwemiti egyemivule ; ngolugya olwomunda olwenyumba ya Mukama, nekisasi kyenyumba.
13 Awo kabaka Sulemani natuma nagya Kiramu
14 mu Tulo. Yali mwana wa mukazi munamwandu owomukika kya Nafutali, ne kitawe yali musaja Owetulo, omuwesi webikomo; era yajuzibwa amagezi nokutegera nobukabakaba, okukola emirimu gyona egyebikomo. Naja eri kabaka Sule-
15 mani, nakola omulimugwe gwona. Kubanga yawesa empagi zombi ezebikomo, buli mpagi obugulumivu bwayo emikono kumi na munana: nomugwa ogwemikono kumi nebiri gwetolola
16 zombi kinemu. Nakola emitwe ebiri egyebikomo ebisanuse, okugiteka ku ntiko zempagi: omutwe ogumu obugulumivu bwagwo bwali emikono etano, nomutwe ogwokubiri obugulumivu bwa-
17 gwo emikono etano. Waliwo ebitimba ebyomulimu ogulukibwa, nemigo egyomulimu ogwemikufu, okuba ku mitwe egyali ku ntiko zempagi; omusanvu bya ku mutwe gumu, nomusanvu bya ku
18 mutwe ogwokubiri. Bwatyo bweyakola empagi; newaba embu biri ezokwetolola ku kitimba ekimu, okubika ku mitwe egyali ku ntiko zempagi: era bwatyo bweyakola omutwe ogwo-
19 kubiri. Nemitwe egyali ku ntiko zempagi mu kisasi gyali gya mulimu gwa bimuli bya malanga
20 emikono ena. Era ne wagulu waliwo emitwe

ku mpagi zombi, kumpi nolubuto olwalirana
ekitimba: namakomamawanga gāli ebikumi bibi-
ri, mumbu okwetolola ku mutwe ogwokubiri.
Nasimba empagi ku kisasi kyeyekalu: nasimba 21
empagi eyadyo, nagituma erinya lyayo Yakini:
nasimba empagi eya kono, nagituma erinya lyayo
Boazi. Ne ku ntiko zempagi kwaliko omulimu 22
ogwebimuli ebyamalanga: bwegutyo omulimu
gwempagi bwegwamalibwa. Nakola enyanja 23
ensanuse ya mikono kumi okuva ku mugo oku-
tuka ku mugo, nekulungirivu, nobugulumivu
bwayo bwali emikono etano: era omugwa ogwe-
mikono amakumi asatu gwagyetolola. Era wansi 24
womugo gwayo okwetolola waliwo entabwa eza-
gyetolola, emikono kumi, nga zetolola enyanja
enjuwi zona: entabwa zali mbu biri, ezasanusibwa
yo bweyasanusibwa. Yatula kunte kumi nebiri, 25
esatu nga zitunulira obukika obwa kono, nesatu
nga zitunulira obugwanjuba, nesatu nga zitunuli-
ra obukika obwadyo, nesatu nga zitunulira obuva-
njuba: enyanja netekebwa kuzo wagulu, amatako
gazo zona nga gali munda. Nobugazi bwayo 26
luta; nomugo gwayo gwakolebwa ngomugo gwe-
kibya, ngekimuli kyamalanga: yagyamu ensuwa
enkumi biri. Nakola entebe ekumi za bikomo; 27
entebe emu obuwanvu bwayo emikono ena,
nobugazi bwayo emikono ena, nobugulumivu
bwayo emikono esatu. Nomulimu gwentebe 28
gwali bweguti: zaliko enkulukumbi; newaba
enkulukumbi wakati wamadala: ne ku nkulu- 29
kumbi ezali wakati wamadala nekubako empo-
logoma nente ne bakerubi; ne ku madala ne-
kubako wagulu ekiterezebwako: ne wansi we-
mpologoma nente newabawo emigo egyomuli-
mu ogulebeta. Na buli ntebe yaliko banamuziga 30
bana abebikomo nebyomunkata ebyebikomo:
nebigere byayo ebina byaliko emisituliro: wansi
wekinabirwamu waliwo emisituliro egyasanusi-

bwa, buli musituliro nga guliko emigo ku mbirizi
31 zagwo. Nakamwa kayo munda womutwe ne
wagulu gwali mukono gumu: nakamwa kayo
kali kekulungirivu ngomulimu ogwekiterezebwako bweguli, mukono kekitundu: era ku
kamwa kayo kwaliko enjola, nenkulukumbi zazo
32 nga zesonga obutaba nekulungirivu. Ne banamuziga abana bali wansi wenkulukumbi; nemikikiro gya banamuziga gyali mu ntebe: nobugulumivu bwa namuziga mukono kekitundu kyo-
33 mukono. Nomulimu gwa namuziga gwali ngomulimu gwa namuziga wegali: emikikiro gyako ne banamuziga bako namagulu gako nenkata zako
34 byona byali bisanuse. Era waliwo emisituliro ena ku nsonda enya eza buli ntebe: emisituliro
35 gyako gyali gya ntebe ye nyini. Ne ku ntiko yentebe kwaliko ekintu ekyekulungirivu obugulumivu bwakyo kitundu kya mukono: ne ku ntiko yentebe emikono gyako nenkulukumbi
36 zako byali bwebityo. Ne ku bipande byemikono gyako ne ku nkulukumbi zako nayolako bakerubi nempologoma nenkindu, ngekigero bwekyenkana ekya buli kina kimu, emigo nga
37 gyetolola. Bwatyo bweyakola entebe ekumi: zona bazisanusa bumu, nekigero kimu, nembala
38 emu. Nakola ebinabirwamu kumi bya bikomo: ekinabirwamu ekimu kyagyamu ensuwa amakumi ana: na buli kinabirwamu kyali kya mikono ena: ne ku ntebe ekumi kinemu nekubako ekina-
39 birwamu ekimu. Nateka entebe, etano ku luwi lwenyumba olwadyo, netano ku luwi lwenyumba olwa kono: nateka enyanja ku luwi lwenyumba olwadyo ebuvanjuba, okutunulira obukika obwa-
40 dyo. Kiramu nakola ebinabirwamu nebijiko nebibya. Awo Kiramu namalira dala omulimu gwona gweyakolera kabaka Sulemani mu nyumba
41 ya Mukama: empagi zombi nebibya byombi ebyemitwe egyali ku ntiko zempagi; nebitimba

byombi ebyokubika ku bibya byombi ebyemitwe
egyali ku ntiko zempagi; namakomamawanga 42
ebikumi bina agokubitimba byombi; embu biri
ezamakomamawanga za ku buli kitimba, okubika
ku bibya byombi ebyemitwe egyali ku mpagi;
nentebe ekumi nebinabirwamu ekumi ebyali ku 43
ntebe; nenyanja emu nente ekumi nebiri ezali 44
wansi wenyanja; nentamu nebijiko nebibya:
ebintu ebyo byona Kiramu byeyakolera kabaka 45
Sulemani mu nyumba ya Mukama byali bya bi-
komo bizigule. Mu lusenyi lwa Yolidani kabaka 46
gyeyabisanusiza, awali etaka eryebumba wakati
Wesukosi Nezalesani. Sulemani naleka ebintu 47
byona (nga tabigeze), kubanga byali bingi nyo
nyini: obuzito bwebikomo tebwategerekeka. Su- 48
lemani nakola ebintu byona ebyali mu nyu-
mba ya Mukama: ekyoto ekya zabu nemeza okwa-
banga emigati egyokulaga, ya zabu; nebikondo, 49
ku luwi olwadyo bitano, ne ku lwa kono bitano,
mu maso gawaimibwa okwogera, bya zabu nongo-
fu; nebimuli nebyetabaza ne namagalo, bya zabu;
nendeku nebisalako ebisiriza nebibya nobukai 50
nemumbiro, bya zabu nongofu; nengango ezenzi-
gi zenyumba eyomunda, ekifo ekitukuvu enyo,
era nezenzigi zenyumba, ye yekalu, za zabu. Bwe- 51
gutyo omulimu gwona kabaka Sulemani gweya-
kola mu nyumba ya Mukama negugwawo. Sule-
mani naingiza ebintu Daudi kitawe byeyawonga,
efeza nezabu nebintu, nabiteka mu mawanika
genyumba ya Mukama.

8

Awo Sulemani nakunganya abakade ba Isiraeri 1
nemitwe gyona egyebika, abakulu (benyumba)
za bakitabwe ezabana ba Isiraeri, eri kabaka
Sulemani Eyerusalemi, okulinyisa sanduke eye-
ndagano ya Mukama nga bagigya mu kibuga kya

2 Daudi, Sayuni. Abasaja bona aba Isiraeri neba-
kunganira eri kabaka Sulemani ku mbaga, mu
mwezi Esanimu, gwe mwezi ogwomusanvu.
3 Abakade bona aba Isiraeri nebaja, bakabona
4 nebasitula sanduke. Nebalinyisa sanduke ya
Mukama, newema eyokusisinkanirangamu, ne-
bintu byona ebitukuvu ebyali mu Wema; ebyo
5 bakabona Nabalevi byebalinyisa. Kabaka Sule-
mani nekibina kyona ekya Isiraeri abali bakunga-
nide gyali bali wamu naye mu maso ga sanduke,
nga bawayo endiga nente ezitabalika newakubade
6 okugatika olwobungi. Bakabona nebaingiza
sanduke eyendagano ya Mukama mu kifo kyayo,
awaimibwa mu nyumba okwogera, mu kifo eki-
tukuvu enyo, wansi webiwawatiro bya bakerubi.
7 Kubanga bakerubi babamba ebiwawatiro bya-
bwe ku kifo kya sanduke, bakerubi nebabika ku
8 sanduke nemisituliro gyayo wagulu. Era emisi-
tuliro gyali miwanvu bwegityo emisa gyemisitu-
liro nokulaba nagiraba aima mu kifo ekitukuvu
mu maso gawaimibwa okwogera; naye aima
9 ebweru nga tagiraba: era giri eyo ne lero. Te-
wāli kintu mu sanduke wabula ebipande byombi
ebyamainja Musa byeyatekamu ku Kolebu, Mu-
kama bweyalagana endagano nabana ba Isiraeri,
10 bwebava munsi Yemisiri. Awo olwatuka baka-
bona bwebamala okuva mu kifo ekitukuvu, ekire
11 nekijuza enyumba mu Mukama, bakabona noku-
inza nebatainza kuimirira okuwereza olwekire:
kubanga ekitibwa kya Mukama nga kijuziza
enyumba ya Mukama.
12 Awo Sulemani nagamba nti Mukama yayogera
13 ngalibera mu kizikiza ekikute. Mazima nkuzi-
mbide enyumba eyokuberamu, ekifo kyonotula-
14 ngamu emirembe gyona. Awo kabaka nakyusa
amasoge, nasabira ekibina kyona ekya Isiraeri
omukisa; ekibina kyona ekya Isiraeri nekiimiri-
15 ra. Nayogera nti Mukama yebazibwe, Katonda

wa Isiraeri, eyayogera nakamwake ne Daudi kitange, nokutukiriza akitukiri'za nomukonogwe, ngayogera nti Okuva ku lunaku lwenagyirako 16
abantu bange Isiraeri mu Misiri, serobozanga kibuga kyona mu bika byona ebya Isiraeri okuzimba enyumba, erinya lyange liberenga omwo; naye neroboza Daudi okuba omukulu wabantu bange Isiraeri. Era kyali mu mutima gwa Daudi 17
kitange okuzimba enyumba olwerinya lya Mukama, Katonda wa Isiraeri. Naye Mukama naga- 18
mba Daudi kitange nti Kubanga kyali mu mutimagwo okuzimba enyumba olwerinya lyange, wakola bulungi kubanga kyali mu mutimagwo: era naye tolizimba nyumba; naye mutabaniwo 19
aliva mu ntumbwezo, oyo yalizimba enyumba olwerinya lyange. Era Mukama anyuwezeza 20
ekigambokye kyeyayogera; kubanga nze nyimukide mu kifo kya Daudi kitange, nga ntude ku ntebe ya Isiraeri, nga Mukama bweyasubiza, era nzimbye enyumba olwerinya lya Mukama, Katonda wa Isiraeri. Era ngeze omwo ekifo ekyesa- 21
nduke, omuli endagano ya Mukama, gyeyalagana ne bajaja bafe, bweyabagya munsi Yemisiri.

Sulemani naimirira mu maso gekyoto kya Mu- 22
kama ekibina kyona ekya Isiraeri nga webali, nayanjuluza emikonogye eri egulu; nayogera nti 23
Ai Mukama, Katonda wa Isiraeri, tewali katonda akufanana gwe, mu gulu wagulu newakubade kunsi wansi; akwata endagano nokusasira eri abadubo, abatambulira mu masogo nomutima gwabwe gwona: eyakwata ekyo kyewamusubiza eri 24
omuduwo Daudi kitange: wewawo, wayogera nakamwako, nokutukiriza okitukiri'za nomukonogwo, nga bwekiri lero. Kale no, ai Mukama, Kato- 25
nda wa Isiraeri, kwata ekyo kyewamusubiza eri omuduwo Daudi kitange ngoyogera nti Tewalikubula musaja mu maso gange owokutula ku ntebe ya Isiraeri; kyoka abanabo bwebanegenderezanga

ekubo lyabwe okutambuliranga mu maso gange,
nga gwe bwewatambuliranga mu maso gange.
26 Kale no, ai Katonda wa Isiraeri, ekigambokyo
kitukirizibwe, nkwegairide, kyewagamba omu-
27 duwo Daudi kitange. Naye Katonda alibera
kunsi mazima dala? laba, egulu negulu lyegulu
teriinza kukugyamu; kale enyumba eno gyenzi-
28 mbye nga teriinza na katono! Naye sayo omwo-
yogwo eri okusaba kwomuduwo, neri okwegairira-
kwe, ai Mukama Katonda wange, okuwulira
okukaba nokusaba omuduwo kwasabira mu ma-
29 sogo lero; amasogo gazibukenga eri enyumba eno
emisana nekiro, eri ekifo kyewayogerako nti
Erinya lyange linaberanga omwo: okuwulira
okusaba omuduwo kwanasabanga ngatunulira
30 ekifo kino. Era wulira gwe okwegairira kwomu-
duwo, nabantubo Isiraeri, bwebanasabanga nga
batunulira ekifo kino: wewawo, wulira gwe
ngoima mu gulu ekifo kyoberamu; era bwowulira
31 sonyiwa. Omuntu bwanayononanga mune, ne-
bamusako ekirairo okumulaiza, naja nalaira mu
32 maso gekyotokyo mu nyumba eno; awo owulira-
nga ngoima mu gulu, okole osalire aba-
dubo omusango, okusinga ababi okuleta ekubolye
ku mutwegwe ye; era ngowa abatukiri-
vu obutukirivu, okumuwa ngobutukirivubwe
33 bwebuli. Abantubo Isiraeri bwebanakubibwa-
nga nebagwa wansi mu maso gabalabe, kubanga
bakwononye; bwebanakukyukiranga nate nebā-
tula erinyalyo nebasaba nebakwegairirira mu nyu-
34 mba eno: awo owuliranga gwe ngoima mu gulu,
osonyiwe ekibi kyabantubo Isiraeri, obakomyewo
35 munsi gyewawa bajaja babwe. * Egulu bwerina-
galwangawo, songa tewali nkuba, kubanga
bakwononye; bwebanasabanga nga batunulira
ekifo kino nebatula erinyalyo nebakyuka okuleka
36 ekibi kyabwe, bwobabonyabonyanga: awo owuli-
ranga gwe ngoima mu gulu osonyiwe ekibi kya-

badubo nabantubo Isiraeri, bwobaigiriza ekubo
edungi lyebaba batambuliramu; owereze enkuba
kunsiyo gyewawa abantubo okuba obusika.
Bwewanabanga munsi enjala, bwewanabanga ka- 37
wumpuli, bwewanabanga okugengewala oba buku-
ku, enzige oba kawuka; abalabe babwe bwebana-
bazingizanga munsi eyebibuga byabwe; kawu-
mpuli bwanafananganga atya, nendwade bwenefa-
nananga etya; kyona kyona omuntu yena kyana- 38
sabanga era kyona kyanegairiranga, oba abantu-
bo bona Isiraeri, abalimanya buli muntu endwade
eyomumutimagwe ye, nayanjuluza emikonogye
eri enyumba eno: awo owuliranga gwe ngoima 39
mu gulu ekifo kyoberamu osonyiwe okole osasule
buli muntu ngamakuboge gona bwegali, gwoma-
nyiko omutimagwe; [kubanga gwe, gwe weka, gwo-
manyi emitima gyabana babantu bona:] balyoke 40
bakutye enaku zona zebalimala munsi gyewawa
babaja bafe. Era ebyomunagwanga atali wa mu 41
bantubo Isiraeri, bwanavanga munsi eyewala
olwerinyalyo; [kubanga baliwulira ebyerinyalyo 42
ekulu nengalozo ezamanyi nomukonogwo ogwa-
gololwa;] bwanajanga nasaba ngatunulira enyu-
mba eno; owuliranga gwe ngoima mu gulu ekifo 43
kyoberamu okole nga byona bwebiri omunagwa-
nga byakukabira; amawanga gona agokunsi
balyoke bamanye erinyalyo, okukutya ngabantu-
bo Isiraeri bwebakutya, era bamanye ngenyumba
eno gyenzimbye etumidwa erinyalyo. Abantubo 44
bwebanatabalanga abalabe babwe mu kubo lyona
lyonobatumanga nebasaba Mukama nga batunu-
lira ekibuga kyeweroboza nenyumba gyenzimbide
erinyalyo: awo owuliranga gwe ngoima mu gulu 45
okusaba kwabwe nokwegairira kwabwe owoze
ensonga yabwe. Bwebanakwononanga [kubanga 46
tewali muntu atayononanga] nobasunguwalira
nobagabula eri abalabe nokutwala nebabatwala
nga basibe munsi eyabalabe oba wala oba kumpi;

47 naye bwebanajukiriranga munsi gyebatwalibwa
nga basibe nebakyuka nebakwegairirira munsi
yabo ababatwala nga basibe nga bogera nti Twa-
yonona netukola ebyobubambavu, twagira ekyejo;
48 bwebanakomangawo gyoli nomutima gwabwe
gwona nememe yabwe yona munsi yabalabe
babwe ababatwala nga basibe, nebakusaba nga
batunulira ensi yabwe gyewawa bajaja babwe,
ekibuga kyeweroboza nenyumba gyenzimbide
49 erinyalyo; awo owuliranga gwe okusaba kwa-
bwe nokwegairira kwabwe ngoima mu gulu
50 ekifo kyoberamu owoze ensonga yabwe; oso-
nyiwe abantubo abakwononye nokusobya kwabwe
kwona kwebakusobya; obawe okusasirwa mu
maso gabo ababatwala nga basibe, babasasire:
51 kubanga be bantubo era bwe busikabwo bwewa-
gya mu Misiri, wakati mu kikomi ekyekyuma;
52 amasogo gazibukenga eri okwegairira kwomuduwo
neri okwegairira kwabantubo Isiraeri okubawuli-
53 ranga buli bwebanaku kabiranga. Kubanga wa-
bawawula mu mawanga gona agokunsi okuba
obusikabwo, nga bwewayogera nomukono gwa
Musa omuduwo, bwewagya bajaja bafe mu Misiri,
ai Mukama Katonda.
54 Awo olwatuka Sulemani bweyamala okusaba
ebyo byona nokwegairira eri Mukama, nagolokoka
nava mu maso gekyoto kya Mukama nava ku
mavivige geyali afukamideko, ngayanjuluzi'za
55 engaloze eri egulu. Naimirira nasabira ekibina
kyona ekya Isiraeri omukisa nedobozi dene ngayo-
56 gera nti Mukama yebazibwe awade abantube
Isiraeri okuwumula, nga byona bwebiri byeyasu-
biza; tewali kigambo na kimu kibuze ku birungi
57 byeyasubiza nomukono gwa Musa omuduwe. Mu-
kama Katonda wafe abere nafe nga bweyabanga
ne bajaja bafe; aleme okutuleka newakubade
58 okutwabulira: alyoke akyuse emitima gyafe gyali
okutambuliranga mu makuboge gona nokukwa-

tanga ebiragirobye namatekage nemisangogye
byeyalagira bajaja bafe. Nebigambo byange bino 59
byenegairide mu maso ga Mukama bimubere
kumpi Mukama Katonda wafe emisana nekiro,
awoze ensonga yomuduwe nensonga yabantube
Isiraeri, nga buli lunaku bwerunayagalanga:
amawanga gona agokunsi bamanye nga Mukama 60
ye Katonda; tewali mulala. Kale omutima gwa- 61
mwe gube mutukirivu eri Mukama Katonda wafe
okutambuliranga mu matekage nokukwatanga
ebiragirobye nga lero. Awo kabaka ne Isiraeri 62
yena wamu naye nebawayo sadaka mu maso ga
Mukama. Sulemani nawayo okuba sadaka eyebi- 63
webwayo olwemirembe byeyawayo eri Mukama
ente obukumi bubiri mwenkumi biri nendiga
kasirivu mwobukumi bubiri. Bwebatyo kabaka
nabana ba Isiraeri bona nebawonga enyumba ya
Mukama. Ku lunaku olwo kabaka kweyatuku- 64
liza wakati wolugya olwali mu maso genyumba ya
Mukama; kubanga eyo gyeyawerayo ekiwebwayo
ekyokebwa nekiwebwayo ekyobuta namasavu
gebyo ebiwebwayo olwemirembe; kubanga ekyoto
ekyekikomo ekyali mu maso ga Mukama kyali
kiinze obutono ekiwebwayo ekyokebwa nekiwe-
bwayo ekyobuta namasavu gebiwebwayo olwemi-
rembe nebitagyako. Awo Sulemani nafumba 65
embaga eyo mu biro ebyo ne Isiraeri yena wamu
naye, ekibina ekinene, okuva awaingirirwa Eka-
masi okutuka ku kaga Akemisiri, mu maso ga
Mukama Katonda wafe, enaku musanvu nenaku
musanvu, ze naku kumi nenya. Ku lunaku 66
olwomunana nasindika abantu, nebamusabira
kabaka omukisa, nebagenda mu wema zabwe nga
basanyuka era nga bajaguza mu mitima gyabwe
olwobulungi bwona Mukama bweyali alaze Daudi
omuduwe ne Isiraeri abantube.

9

1 Awo olwatuka Sulemani bweyamala okuzimba
enyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka nebyo
byona Sulemani byeyayagala byeyasima okukola,
2 awo Mukama nalabikira Sulemani omulundi
3 ogwokubiri, nga bweyamulabikira Egibeoni. Awo
Mukama namugamba nti Mpulide okusabakwo no-
kwegairirakwo kwosabide mu maso gange; ntuku-
ziza enyumba eno gyozimbye okuteka omwo
erinya lyange emirembe gyona; namaso gange
nomutima gwange binaberangayo obutayosa-
4 ngawo. Nawe bwonotambuliranga mu maso
gange nga Daudi kitawo bweyatambulanga nomu-
tima ogwamazima nobugolokofu okukolanga nga
byona bwebiri byenakulagira, era bwonokwatanga
5 amateka gange nemisango gyange; awo ndinyu-
weza entebe eyobwakabakabwo ku Isiraeri emire-
mbe gyona; nga bwenasubiza Daudi kitawo nga
njogera nti Tewalikubula musaja wa kutula ku
6 ntebe ya Isiraeri. Naye bwemulikyuka obuta-
ngoberera nze, mwe oba bana bamwe, nemuta-
kwata biragiro byange namateka gange byenateka
mu maso gamwe, naye nemugenda nemuwereza
7 bakatonda abalala nemubasinza; awo ndimalawo
Isiraeri munsi gyembawade; nenyumba eno
gyentukuziza olwerinya lyange ndigigyawo mu
maso gange; awo Isiraeri aliba lugero na kigambo
8 kya buwemu mu mawanga gona; era enyumba
eno newakubade nga mpanvu bweti, naye buli
anagiitangako anewunyanga nasoza; era balyogera
nti Mukama kiki ekimukozeza ensi eno bwekityo
9 nenyumba eno? Awo balidamu nti Kubanga
baleka Mukama Katonda wabwe eyagya bajaja
babwe munsi Yemisiri, nebakwata bakatonda
abalala nebabasinza nebabawereza; Mukama
kyavude abaletako obubi buno bwona.
10 Awo olwatuka emyaka amakumi abiri bwegya-

gyako, Sulemani mweyazimbira enyumba zombi,
enyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka,
[era Kiramu kabaka Wetulo yali amulabide Sule- 11
mani emivule nemiberosi nezabu nga byona bwe-
byali byeyayagala,] awo kabaka Sulemani nawa
Kiramu ebibuga amakumi abiri munsi Yegali-
raya. Awo Kiramu nafuluma mu Tulo oku- 12
lambula ebibuga Sulemani byamuwade: nata-
bisima. Nayogera nti Bibuga ki bino byompade, 13
muganda wange? Nabituma ensi Kabuli ne lero.
Awo Kiramu nawereza kabaka zabu talanta 14
kikumi mwabiri.

Era eno ye nsonga yokusoloza kabaka Sulemani 15
kweyasoloza; okuzimba enyumba ya Mukama
nenyumbaye ye ne Miro ne bugwe Weyerusalemi
ne Kazola ne Megido ne Gezera. Falao kabaka 16
Wemisiri yali atabade namenya Gezera nakyokya
omuliro nata Abakanani abatula mu kibuga
nakiwa muwalawe muka Sulemani okuba omu-
gabo. Sulemani nazimba Gezera ne Besikoloni 17
ekya wansi ne Baalasi ne Tamala mu lukola, 18
munsi, nebibuga byona ebyokuterekeramu Sule- 19
mani byeyalina nebibuga ebyamagalige nebibuga
ebyabasajabe abebagala embalasi nebyo Sulemani
byeyayagala okuzimba mu Yerusalemi olwokwesa-
nyusa ne ku Lebanoni ne munsi yona gyeyatwala.
Abantu bona abali basigade ku Bamoli Nabakiti 20
Nabaperizi Nabakivi Nabayebusi abatali ba ku
bana ba Isiraeri; abana babwe abasigala oluva- 21
nyuma lwabwe munsi abana ba Isiraeri bebatainza
kuzikiririza dala, abo Sulemani beyasolozako
abadu ne lero. Naye Sulemani teyafula badu ku 22
bana ba Isiraeri; naye babanga basaja balwanyi
nabawerezabe nabakulube nabamibe era abafuga-
nga amagalige nabasajabe abebagalanga embalasi.
Abo be bali abami abakulu abalabirira omulimu 23
gwa Sulemani, ebikumi bitano mwatano abafu-
ganga abantu abakola omulimu. Naye muwala 24

wa Falao nava mu kibuga kya Daudi nayambuka naja mu nyumbaye (Sulemani) gyeyali amuzi-
25 mbide: awo nazimba Miro. Era Sulemani nawangayo emirundi esatu buli mwaka ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo olwemirembe (ku kyoto) kyeyazimbira Mukama, ngayotereza obubane wamu (ku kyoto) ekyali mu maso ga Mukama. Bwatyo bweyamala enyumba.
26 Awo kabaka Sulemani nasibira empingu eya malikebu Ezionigebera ekiriranye Erosi ku tale
27 Lyenyanja Emyufu munsi Eyedomu. Kiramu nawerereza mu mpingu abadube aba lunyanja abamanyi enyanja, wamu nabadu ba Sule-
28 mani. Nebaja Eyofira nebakimayo zabu talanta ebikumi bina mwabiri nebagireta eri kabaka Sulemani.

10

1 Awo omukazi kabaka Weseba bweyawulira etutumo lya Sulemani olwerinya lya Mukama,
2 naja okumukema nebibuzibwa ebizibu. Naja Eyerusalemi ngalina abadu bangi nyo nengamira ezetise ebyakalosa nezabu nyingi nyo namainja agomuwendo omungi; awo bweyaja eri Sulemani, natesa naye ebyo byona ebyali mu mutimagwe.
3 Awo Sulemani namutegeza byona byeyamubuza: tewali kintu ekyakwekebwa kabaka kyatamute-
4 geza. Awo kabaka Weseba bweyamala okulaba amagezi gona aga Sulemani nenyumba gyeyazi-
5 mba, nemere eyokumezaye nokutula kwabadube nokuwereza kwabawerezabe nebyambalo byabwe nabasenerobe nolutindolwe lweyalinyirangako okugenda mu nyumba ya Mukama; awo nga
6 temukyasigade mwoyo muye. Nagamba kabaka nti Ekigambo kyenawulirira munsi yange kyali
7 kya mazima ekyebikolwabyo namagezigo. Era naye sakiriza bigambo ebyo okutusa lwenaja amaso gange negakiraba: era, laba, sabulirwa

kitundu: amagezigo nomukisagwo bisinga etutumo lyenawulira. Abasajabo balina omukisa, 8
abadubo bano balina omukisa, abaimirira mu masogo enaku zona nebawulira amagezigo. Mu- 9
kama Katondawo yebazibwe akusanyukira okukuteka ku ntebe ya Isiraeri: kubanga Mukama yayagala Isiraeri emirembe gyona, kyeyava akufula kabaka okukola ebyensonga nebyobutukirivu.
Awo nawa kabaka zabu talanta kikumi mwabiri, 10
nebyakalosa bingi nyo nyini namainja agomuwendo omungi: tewaja lwa kubiri bya kalosa bingi ebyenkanide awo ngebyo kabaka Weseba byeyawa kabaka Sulemani. Era nempingu ya 11
Kiramu eyaleta zabu okuva Eyofira, negya Eyofira emitogo mingi nyo namainja agomuwendo omungi. Kabaka nafula emitogo empagi za 12
nyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka, nenanga nentongoli za baimbi: tewaja mitogo egifanana bwegityo so tegyalabika ne lero. Awo 13
kabaka Sulemani nawa kabaka Weseba byona byeyayagala, buli kyeyasaba kyona, obutasako ebyo Sulemani byeyamuwa olwekisakye ekya kabaka. Awo nakyuka neyegendera munsiye ye, ye nabadube.

Era ezabu eyaja eri Sulemani mu mwaka gumu 14
obuzito bwayo bwali talanta lukaga mwenkaga mu mukaga, obutasako (eyo) abasubuzi (gyebale- 15
tanga) nabatunzi gyebatundanga ne bakabaka bona abegwanga etabule nabakulu bensi. Era 16
kabaka Sulemani nawesa obugabo bikumi bibiri bwa zabu mpese: buli kagabo nakawako (sekeri) za zabu lukaga. (Nakola) engabo ebikumi bisatu 17
bya zabu mpese; buli ngabo nagiwako lateri satu: kabaka nazitereka mu nyumba eyekibira kya Lebanoni. Era kabaka nakola entebe eyobwaka- 18
baka enene ya masanga nagibikako zabu nungi nyo nyini. Entebe yaliko amadala mukaga, era 19
entebe wagulu wayo yali nekulungirivu enyuma;

era yaliko emikono eruwi neruwi awatulibwako, nempologoma biri nga ziimiride ku bali lyemiko-
20 no. Nempologoma kumi nebiri zaimirira eruwi neruwi ku madala omukaga: tewali eyakolebwa
21 mu bwakabaka bwona okugifanana. Era ebintu byona ebya kabaka Sulemani ebyokunyweramu byali bya zabu, nebintu byona ebyomunyumba eyekibira kya Lebanoni byali bya zabu nongofu: tewali bya feza; teyalowozebwa nga
22 kintu ku mirembe gya Sulemani. Kubanga kabaka yalina ku nyanja empingu eya malikebu Eyetalasisi wamu nempingu ya Kiramu; empingu Eyetalasisi yajanga mulundi gumu buli myaka esatu ngereta zabu nefeza, amasanga nenkobe ne
23 bamuzinge. Awo kabaka Sulemani nasinga baka-
24 baka bona abensi obugaga namagezi. Ensi yona nebanonya amaso ga Sulemani okuwulira amagezige. Katonda geyali atade mu mutimagwe.
25 Nebaleta buli muntu ekirabokye, ebintu ebya feza nebintu ebya zabu nebyambalo nebyokulwanyisa nebyakalosa, embalasi nenyumbu, ebyasali-
26 bwa ebya buli mwaka. Sulemani nakunganya amagali nabasaja abebagala embalasi; era yalina amagali lukumi mwebikumi bina nabasaja abebagala embalasi kakumi mwenkumi biri beyateka mu bibuga ebyamagali nawali kabaka Eyerusa-
27 lemi. Kabaka nafula feza okuba ngamainja mu Yerusalemi, nemivule nagifula okuba ngemisuko-
28 moli egiri mu biwonvu olwobungi. Nembalasi Sulemani zeyalina zagyibwa mu Misiri: nabasubuzi ba kabaka nebaziwebwanga bisibo, buli kisibo
29 nomuwendo gwakyo. Era egali lyalinyanga nga liva mu Misiri nga lijirira (sekeri) lukaga eza feza, nembalasi ngejirira kikumi mwatano; era bakabaka bona Ababakiti bwebatyo ne bakabaka Abebusuli, bazigyangamu mu mukono gwabwe.

11

Era kabaka Sulemani nayagala abakazi bangi 1
abanagwanga wamu ne muwala wa Falao,
abakazi aboku Bamoabu Nabamoni Nabedomu
Nabasidoni Nabakiti; ku mawanga Mukama 2
geyagambako abana ba Isiraeri nti Temugendanga
mubo so tebajanga bo mumwe: kubanga tebali-
rema kukyusa mitima gyamwe okugoberera baka-
tonda babwe: Sulemani neyegata nabo ngabagala.
Era yalina abakazi lusanvu, abambeja, nabazana 3
ebikumi bisatu: bakazibe nebakyusa omutimagwe.
Kubanga olwatuka Sulemani ngakadiye bakazibe 4
nebakyusa omutimagwe okugoberera bakatonda
abalala: omutimagwe negutatukirira eri Mukama
Katondawe nga bwegwali omutima gwa Daudi
kitawe. Kubanga Sulemani nagoberera Asita- 5
losi, katonda omukazi Owabasidoni, ne Mirikomu
omuzizo Gwabamoni. Era Sulemani nakola 6
ekyali mu maso ga Mukama ekibi, natagobererera
dala Mukama, nga Daudi kitawe bweyakola.
Awo Sulemani nazimbira Kemosi ekifo ekigulu- 7
mivu, gwe muzizo gwa Moabu, ku lusozi olwole-
kera Yerusalemi, ne Moleka omuzizo gwabana ba
Amoni. Era bweyakolera bwatyo bakazibe bona 8
abanagwanga abayoterezanga obubane nebawayo
sadaka eri bakatonda babwe.

Mukama nasunguwalira Sulemani kubanga 9
omutimagwe nga gukyuse okuva ku Mukama
Katonda wa Isiraeri eyali yakamulabikira emi-
rundi ebiri, era eyamulagira olwekigambo ekyo 10
aleme okugoberera bakatonda abalala, naye nata-
kwata ekyo Mukama kyeyalagira. Mukama 11
kyeyava agamba Sulemani nti Kubanga okoze
kino so tokute ndagano yange namateka gange
byenakulagira, sirirema kukuyuzako obwakabaka
nembuwa omuduwo. Naye sirikola bwentyo ku 12
lirembegyo kulwa Daudi kitawo: naye ndibu-

13 yuza okubugya mu mukono gwomwanawo. Naye
siriyuzako bwakabaka bwona, naye ndimuwa
omwanawo ekika kimu kulwa Daudi omudu
wange era kulwa Yerusalemi kyeneroboza.
14 Awo Mukama naimusiza Sulemani omulabe,
Kadada Omwedomu: yali wa ku zade lya kabaka
15 mu Edomu. Kubanga olwatuka Daudi bweyali
mu Edomu ne Yoabu omukulu wegye ngaya-
mbuse okuzika abafu era ngase buli musaja mu
16 Edomu; [kubanga Yoabu ne Isiraeri yena neba-
malayo emyezi mukaga okutusa lweyamalawo
17 buli musaja mu Edomu;] awo Kadada naduka,
ye Nabedomu abamu abokubadu ba kitawe wamu
naye okugenda mu Misiri: Kadada ngakyali
18 mwana muto. Nebagolokoka okuva mu Midiani
nebaja Epalani: nebatwala wamu nabo abasaja nga
babagya Epalani nebaja Emisiri eri Falao kabaka
Wemisiri; oyo namuwa enyumba namulagira ebyo-
19 kulya namuwa ensi. Awo Kadada naganja nyo mu
maso ga Falao nokumuwa namuwa okuwasa mu-
ganda wa mukaziwe ye, muganda wa Tapenesi ka-
20 dulubale. Awo muganda wa Tapenesi namuzalira
Genubasi mutabaniwe Tapenesi gweyagyira ku ma-
bere mu nyumba ya Falao: Genubasi nabera mu
21 nyumba ya Falao mu batabani ba Falao. Awo Ka-
dada byeyawulirira mu Misiri nga Daudi yebakide
wamu ne bajajabe, era nga Yoabu omukulu wegye
ngafude, Kadada nagamba Falao nti Kangende
22 ntuke munsi yewafe. Awo Falao namugamba
nti Naye kiki ekyakubula ngoli nange nokwagala
noyagala, laba, okugenda munsi yewamwe? Na-
damu nti Tewali kintu: naye leka male gagenda.
23 Awo Katonda namuimusizako omulabe (omu-
lala), Lezoni mutabani wa Eriada eyali aduse
24 mukamawe Kadadezera kabaka Wezoba: naku-
nganya abantu gyali, nafuka omukulu wekibina
Daudi bweyata (Abezoba): nebagenda Edamasiko
25 nebabera omwo, nebafugira mu Damasiko. Naba

mulabe eri Isiraeri emirembe gyona egya Sulemani obutasako bubi Kadada (bweyakola): nakyawa Isiraeri nafuga Obusuli.

Awo Yeroboamu mutabani wa Nebati, Omwe- 26
feraimu Owezereda, omudu wa Sulemani, nyina erinyalye Zerua munamwandu, era naye namuimusizako kabaka omukono. Era eno ye yali 27
ensonga kyeyava amuimusizako kabaka omukono; Sulemani yazimba Miro naziba ekituli ekyomukibuga kya Daudi kitawe. Era omusaja oyo 28
Yeroboamu yali musaja wa manyi omuzira: Sulemani nalaba omulenzi oyo nga munyikivu, namulabiriza emirimu gyona egyenyumba ya Yusufu. Awo olwatuka mu biro ebyo Yeroboamu 29
bweyava mu Yerusalemi, nabi Akiya Omusironi namusanga mu kubo; era (Akiya) yali ayambade ekyambalo ekigya; awo bombi nebaba boka ku tale. Akiya nakwata ku kyambalo ekigya kyeyali 30
ayambade nakiyuzamu ebitundu kumi nebibiri. Nagamba Yeroboamu nti Wetwalire ebitundu 31
kumi: kubanga bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndiyuza obwakabaka nembugya mu mukono gwa Sulemani nenkuwa gwe ebika kumi: [naye aliba nekika kimu kulwo- 32
mudu wange Daudi ne kulwa Yerusalemi ekibuga kyeneroboza mu bika byona ebya Isiraeri:] kubanga bandese nebasinza Asitalosi katonda omukazi Owabasidoni ne Kemosi katonda wa Moabu ne Mirikomu katonda wabana ba Amoni; so tebatambulide mu makubo gange okukola ebiri mu maso gange ebirungi (nokukwata) amateka gange nemisango gyange nga bweyakolanga Daudi kitawe. Naye sirigya bwakabaka bwona mu mukonogwe: 34
naye ndimufula omukulu enaku zona ezobulamubwe kulwa Daudi omudu wange gwenalonda kubanga yakwata ebiragiro byange namateka gange: naye ndigya obwakabaka mu mukono gwa muta- 35
baniwe nembuwa gwe, ebika kumi. Ne mutaba- 36

niwe ndimuwa ekika kimu, Daudi omudu wange
aberenga netabaza enaku zona mu maso gange mu
Yerusalemi ekibuga kyeneroboza okuteka omwo
37 erinya lyange. Era ndikutwala, nawe olifuga nga
byona bwebiriba ememeyo byeryagala, era oliba
38 kabaka wa Isiraeri. Awo olulituka bwoliwulira
byona byenkulagira notambulira mu makubo
gange nokola ebyo ebiri mu maso gange ebirungi,
okukwata amateka gange nebiragiro byange nga
Daudi omudu wange bweyakolanga; awo naberanga
wamu nawe, era ndikuzimbira enyumba eyenka-
lakalira nga bwenazimbira Daudi, era ndikuwa
39 Isiraeri. Era kyendiva mbonyabonya ezade lya
Daudi naye siribabonyezabonyeza emirembe gyona.
40 Sulemani kyeyava asala amagezi oku'ta Yeroboa-
mu: naye Yeroboamu nagolokoka nadukira mu
Misiri eri Sisaka kabaka Wemisiri, nabera mu
Misiri okutusa Sulemani lweyafa.
41 Era ebikolwa byona ebirala ebya Sulemani ne
byona byeyakola namagezige tebyawandikibwa
42 mu kitabo kyebikolwa bya Sulemani? Nebiro
Sulemani byeyafugira Isiraeri yena mu Yerusa-
43 lemi byali emyaka ana. Awo Sulemani neyeba-
kira wamu ne bajajabe nazikibwa mu kibuga kya
Daudi kitawe: awo Lekoboamu mutabaniwe
nafuga mu kifokye.

12

1 LEKOBOAMU nagenda Esekemu: kubanga Isira-
eri yena bali ba'ze Esekemu okumufula kabaka.
2 Awo olwatuka Yeroboamu mutabani wa Nebati
bweyakiwulira; [kubanga yali akyali mu Misiri
gyeyali adukide okuva eri kabaka Sulemani, era
3 Yeroboamu natula mu Misiri, nebatuma neba-
muita;] awo Yeroboamu nekibina kyona ekya
4 Isiraeri nebaja nebogera ne Lekoboamu nti Kita-
wo yafula ekikoligo kyafe okuba ekizito: kale no

wewula gwe okuwereza okuzibu kwa kitawo nekikoligokye ekizito kyeyatutekako, nafe tulikuwereza. Nabagamba nti Mugende mumale enaku satu nate, mulyoke muje gyendi nate. Abantu nebagenda. Kabaka Lekoboamu natesa ebigambo nabakade abaimiriranga mu maso ga Sulemani kitawe bweyali ngakyali mulamu ngayogera nti Magezi ki gemumpa okubadamu abantu bano? Nebamugamba nti Bwonoyagala okuba omudu eri abantu bano lero noyagala okubawereza nobadamu nobagamba ebigambo ebirungi, awo bo baliba abadubo enaku zona. Naye naleka amagezi gabakade gebamuwa, natesa nabalenzi abakulira awamu naye abaimirira mu masoge. Nabagamba nti Magezi ki gemumpa mwe tubademu abantu bano abangambye nti Wewula ekikoligo kitawo kyeyatutekako? Awo abalenzi abakulira awamu naye nebamugamba nti Bwotyo bwoba ogamba abantu bano abakugambye nti Kitawo yafula ekikoligo kyafe okuba ekizito, naye gwe kiwewule gyetuli; bwotyo bwoba obagamba nti Naswi wange asinga obunene ekiwato kya kitange. Era no kubanga kitange yababinika ekikoligo ekizito, nze ndyongera ku kikoligo kyamwe: kitange yabakangavula na nkoba, naye nze ndibakangavula na njaba ezobusagwa. Awo Yeroboamu nabantu bona nebaja eri Lekoboamu ku lunaku olwokusatu, nga kabaka bweyalagira, ngayogera nti Mujanga gyendi nate ku lunaku olwokusatu. Awo kabaka nabadamu abantu nebogo, naleka okutesa kwabakade kwebamuwa; nabagamba ngokutesa kwabalenzi bwekwali, ngayogera nti Kitange yafula ekikoligo kyamwe ekizito, naye nze ndyongera ku kikoligo kyamwe: kitange yabakangavula na nkoba, naye nze ndibakangavula na njaba ezobusagwa. Awo kabaka natawulira bantu; kubanga kyali kigambo Mukama kyeyaleta anyuweze ekigambokye Mukama

kyeyagamba Yeroboamu mutabani wa Nebati mu
16 mukono gwa Akiya Omusironi. Awo Isiraeri yena
bwebalaba nga kabaka tabawulira, abantu neba-
mudamu kabaka nga bogera nti Mugabo ki gwe-
tulina mu Daudi? so tetulina busika mu mutabani
wa Yese: mude mu wema zamwe, ai Isiraeri: labi-
rira no enyumbayo gwe, Daudi. Awo Isiraeri ne-
17 begendera mu wema zabwe. Naye abana ba Isiraeri
ababera mu bibuga bya Yuda, abo Lekoboamu na-
18 bafuga. Awo kabaka Lekoboamu natuma Adolamu
eyali omukulu womusolo; Isiraeri yena nebamu-
kasukira amainja nokufa nafa. Kabaka nayanguya
okulinya mu galiye okudukira mu Yerusalemi.
19 Bwebatyo Isiraeri nebajemera enyumba ya Daudi
20 ne lero. Awo olwatuka Isiraeri yena bwebawulira
nga Yeroboamu akomyewo, nebatuma nebamuita
okuja eri ekibina, nebamufula kabaka wa Isiraeri
yena: tewali eyagoberera enyumba ya Daudi
wabula ekika kya Yuda kyoka.
21 Awo Lekoboamu bweyatuka Eyerusalemi, na-
kunganya enyumba yona eya Yuda nekika kya
Benyamini, abasaja abalonde kasirivu mwobu-
kumi munana, abalwanyi, okulwana nenyumba ya
Isiraeri, okumudiza nate obwakabaka Lekoboamu
22 mutabani wa Sulemani. Naye ekigambo kya
Katonda nekijira Semaya omusaja wa Katonda
23 nga kyogera nti Gamba Lekoboamu mutabani
wa Sulemani kabaka wa Yuda nenyumba yona
eya Yuda ne Benyamini nabantu bona abalala
24 nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Temwa-
mbuka so temulwana ne baganda bamwe abana
ba Isiraeri: mudeyo buli muntu mu nyumbaye;
kubanga ekigambo kino kyava gyendi. Awo
nebawulira ekigambo kya Mukama nebadayo ne-
begendera ngekigambo kya Mukama bwekyali.
25 Awo Yeroboamu nazimba Sekemu munsi eye-
nsozi eya Eferaimu, nabera omwo; nava omwo
26 nazimba Penueri. Yeroboamu nayogerera mu

mutimagwe nti Kakano obwakabaka bunada eri
enyumba ya Daudi: abantu bano bwebanayambu- 27
kanga okuwerayo sadaka mu nyumba ya Mukama
mu Yerusalemi, awo omutima gwabantu bano
gulikyukira nate mukama wabwe, Lekoboamu
kabaka wa Yuda; awo balinzita nze, nebadayo
eri Lekoboamu kabaka wa Yuda. Awo kabaka 28
nalyoka atesa ebigambo, nakola enyana biri za
zabu: nabagamba nti Kinabalemanga okwambu-
kanga Eyerusalemi; laba bakatondabo, ai Isiraeri,
abakugya munsi Yemisiri. Nateka emu mu Beseri 29
ne ginayo nagiteka mu Dani. Nekigambo ekyo 30
nekiba ekibi: kubanga abantu nebagendanga
(okusinziza) mu maso gemu nga bagenda Edani.
Nazimba enyumba ezebifo ebigulumivu, nasawo 31
bakabona ngabagya mu bantu bona abatali ba ku
bana ba Levi. Era Yeroboamu nasawo embaga 32
mu mwezi ogwomunana ku lunaku olwomwezi
olwekumi netano okufanana embaga eri mu Yuda,
nalinya eri ekyoto; bwatyo bweyakolera mu
Beseri ngawayo sadaka eri enyana zeyakola:
nateka mu Beseri bakabona bebifo ebigulumivu
beyasawo. Nalinya eri ekyoto kyeyali azimbye 33
mu Beseri ku lunaku olwekumi netano olwomwezi
ogwomunana, gwe mwezi gweyagunja mu muti-
magwe ye: nasawo embaga eri abana ba Isiraeri,
nalinya eri ekyoto okwoteza obubane.

13

Awo, laba, newaja omusaja wa Katonda ngava 1
mu Yuda olwekigambo kya Mukama naja Ebe-
seri: awo Yeroboamu yali ngaimiride awali
ekyoto okwoteza obubane. Awo nayogerera wa- 2
gulu ku kyoto olwekigambo kya Mukama nayo-
gera nti Ai ekyoto, ekyoto, bwatyo bwayogera
Mukama nti Laba, omwana alizalirwa enyumba
ya Daudi, erinyalye Yosiya; era kugwe kwali-

werayo bakabona bebifo ebigulumivu abotereza obubane kugwe, era baliwerayo kugwe amagumba
3 gabantu. Nawa akabonero ku lunaku olwo ngayogera nti Kano ke kabonero Mukama kayogede: laba, ekyoto kiryatika nevu erikiriko liri-
4 yika. Awo olwatuka kabaka bweyawulira ekigambo ekyomusaja wa Katonda kyeyayogerera wagulu ku kyoto mu Beseri, awo Yeroboamu nagolola omukonogwe ngaima awali ekyoto ngayogera nti Mumukwate. Nomukonogwe gwamugololedeko negukala nokuinza natainza kugu'za
5 nate. Ekyoto nakyo nekyatika nevu neriyika okuva ku kyoto ngakabonero bwekali omusaja wa Katonda keyawa olwekigambo kya Mukama.
6 Awo kabaka nadamu nagamba omusaja wa Katonda nti Wegairire no ekisa kya Mukama Katondawo onsabire omukono gwange gumponyezebwe nate. Omusaja wa Katonda neyegairira Mukama, omukono gwa kabaka negumuwonyezebwa nate negu-
7 fuka nga bwegwali oluberyeberye. Kabaka nagamba omusaja wa Katonda nti Tudeyo nange eka
8 owerewere, nange nakuwa empera. Omusaja wa Katonda nagamba kabaka nti Newakubade ngonompa ekitundu kyenyumbayo, siingire wamu nawe so sirire mere so sinywere mazi mu kifo
9 kino: kubanga bwenkutidwa bwentyo nekigambo kya Mukama nga kyogera nti Tolya mere so tonywa mazi so todayo mu kubo lyofulumyemu.
10 Awo nadayo mu kubo edala, natadayo mu kubo lyafulumyemu ngaja Ebeseri.
11 Awo waliwo nabi omukade eyabera mu Beseri; omu ku batabanibe naja namubulira ebikolwa byona omusaja wa Katonda byeyali akolede mu Beseri ku lunaku olwo: ebigambo byagambye
12 kabaka nabyo nebabimubulira kitabwe. Kitabwe nabagamba nti Kubo ki mwafulumide? Awo batabanibe nga balabye ekubo lyafulumidemu
13 omusaja wa Katonda eyava mu Yuda. Nagamba

batabanibe nti Muntekere amatandiko ku ndogoi.
Awo nebamutekera amatandiko ku ndogoi: na-
gyebagala. Nagoberera omusaja wa Katonda 14
namusanga ngatude wansi womwera: namu-
gamba nti Gwoli musaja wa Katonda eyava mu
Yuda? Nayogera nti Nze wuyo. Awo namu- 15
gamba nti Tudeyo nange eka tulye ku mere.
Nayogera nti Siinza kudayo nawe newakubade 16
okuingira nawe: so sirire mere so sinywere mazi
wamu nawe mu kifo kino: kubanga nabulirwa 17
nekigambo kya Mukama nti Tolya ku mere so
tonywerayo mazi so tokyuka nate okuda mu kubo
mwofulumide. Awo namugamba nti Nange ndi 18
nabi ngagwe bwoli; era malaika angambye nekiga-
mbo kya Mukama nti Mukomyewo mu nyumbayo
alye ku mere anywe amazi. (Naye) ngamulimba.
Awo nadayo naye nalira ku mere mu nyumbaye 19
nanywa amazi. Awo olwatuka nga batude ku 20
meza ekigambo kya Mukama nekimujira nabi
amukome'zawo: nayogerera wagulu eri omusaja 21
wa Katonda eyava mu Yuda ngayogera nti Bwa-
tyo bwayogera Mukama nti Kubanga oganyi
okuwulira akamwa ka Mukama so tokute kira-
giro Mukama Katondawo kyakulagide, naye 22
nokomawo, era oliride ku mere nonywera amazi
mu kifo kyakugambyeko nti Tolirayo ku mere
so tonywa mazi; omulambogwo tegulituka mu
ntana ya bajajabo. Awo olwatuka bweyamala 23
okulya ku mere era nganywede nateka amatandiko
ku ndogoi ngamutekera nabi gwakome'zawo. Awo 24
ngagenze empologoma nemusanga mu kubo ne-
muta: omulambogwe negusulibwa mu kubo,
endogoi neimirira kumpi nagwo; ere nempolo-
goma neimirira kumpi nomulambo. Awo, laba, 25
abantu nebaitako nebalaba omulambo nga gusu-
lidwa mu kubo nempologoma ngeimiride kumpi
nomulambo: nebaja nebakibulira mu kibuga
nabi omukade mweyabera. Awo nabi amukome- 26

zawo mu kubo bweyakiwulira, nayogera nti Ye
musaja wa Katonda atagondede kamwa ka Mu-
kama: Mukama kyavude amugabula eri empolo-
goma emutagude nemuta ngekigambo kya Mu-
27 kama bwekyali kyamugambye. Awo nagamba
batabanibe nti Muntekere amatandiko ku ndogoi.
28 Nebagitekako amatandiko. Nagenda nasanga
omulambogwe nga gusulidwa mu kubo nendogoi
nempologoma nga ziimiride kumpi nomulambo:
empologoma nga teride mulambo songa tetagude
29 ndogoi. Nabi nasitula omulambo gwomusaja wa
Katonda naguteka ku ndogoi nagu'zayo: naja
mu kibuga kya nabi omukade okukungubaga
30 nokumuzika. Nateka omulambogwe mu ntanaye
ye; nebamukungubagira (nga bogera nti) Wowe,
31 muganda wange! Awo olwatuka ngamaze oku-
muzika nagamba batabanibe nti Bwendimala
okufa, munzikanga mu ntana omusaja wa Ka-
tonda mwazikidwa; mutekanga amagumba gange
32 kumpi namagumbage. Kubanga ekigambo kye-
yayogerera wagulu olwekigambo kya Mukama ku
kyoto ekiri mu Beseri ne ku nyumba zona ezebifo
ebigulumiu ebiri mu bibuga Ebyesamaliya tekiri-
rema kutukirira.
33 Oluvanyuma lwekigambo ekyo Yeroboamu
natakyuka okuleka ekubolye ebi, naye neye-
yongera nate okusawo bakabona abebifo ebigulu-
mivu ngabagya ku bantu bona: buli eyayagala-
nga, namuyawulanga waberewo bakabona bebifo
34 ebigulumivu. Nekigambo ekyo nekifuka ekibi
eri enyumba ya Yeroboamu okugimalawo noku-
gizikiriza okuva kunsi yona.

14

1 Awo mu biro ebyo Abiya mutabani wa Yero-
2 boamu nalwala. Yeroboamu nagamba mukaziwe
nti Golokoka, nkwegairide, wekyuse oleme oku-

manyibwa nga gwe mukazi wa Yeroboamu:
wegendere Esiro; laba, Akiya nabi ali eyo eyanjo-
gerako nga ndiba kabaka wabantu bano. Era 3
twala wamu nawe emigati kumi negyempewere
nensumbi eyomubisi gwenjuki, ogende gyali:
yalikubulira omwana bwaliba. Awo muka Ye- 4
roboamu nakola bwatyo, nagolokoka nagenda
Esiro naja mu nyumba ya Akiya. Era Akiya
teyainza kulaba; kubanga amasoge gali gaimbade
olwobukadebwe. Awo Mukama nagamba Akiya 5
nti Laba, muka Yeroboamu aja okukubuza ebya
mutabaniwe; kubanga alwade: bwoti bwoti bwo-
nomugamba: kubanga olunatuka bwanaingira,
anekyusa okuba omukazi omulala. Awo olwa- 6
tuka Akiya bweyawulira enswagiro zebigerebye
ngaingira mu lugi, nayogera nti Ingira, gwe
muka Yeroboamu; lwaki okwekyusa okuba omu-
lala? kubanga ntumidwa gyoli nebigambo ebizito.
Genda obulire Yeroboamu nti Bwatyo bwayogera 7
Mukama Katonda wa Isiraeri nti Kubanga naku-
gulumiza nga nkugya mu bantu, nenkufula omu-
kulu wabantu bange Isiraeri, nenjuza obwaka- 8
baka nga mbugya ku nyumba ya Daudi nembu-
kuwa gwe: era naye tobade ngomudu wange
Daudi eyakwatanga ebiragiro byange era eyango-
berera nomutimagwe gwona okukola ekyo kyoka
ekyali mu maso gange ekirungi; naye okoze ekibi 9
okusinga bona abakusoka nogenda newekolera
bakatonda abalala nebifananyi ebisanuse okunsu-
nguwaza, nonsula nyuma wamabegago: kale, 10
laba, kyendiva ndeta ekibi ku nyumba ya Yero-
boamu era ndimalawo buli mwana owobulenzi
eri Yeroboamu, asibidwa era natasibidwa mu
Isiraeri, era ndiyerera dala enyumba ya Yero-
boamu ngomuntu bwayera obusa nokugwawo
nebugwawo bwona. Owa Yeroboamu anafiranga 11
mu kibuga embwa zinamulyanga; noyo anafira-
nga ku tale enyonyi ezomubanga zinamulyanga:

12 kubanga Mukama akyogede. Kale golokoka
wegendere mu nyumbayo: ebigerebyo bwebina-
13 ingira mu kibuga, omwana anafa. Awo Isiraeri
yena balimukungubagira nebamuzika; ku-
banga ku ba Yeroboamu oyo yeka alituka mu
ntana: kubanga muye mulabise ekigambo ekiru-
ngi eri Mukama Katonda wa Isiraeri mu nyumba
14 ya Yeroboamu. Era nate Mukama alyeimusiza
kabaka wa Isiraeri alimalawo enyumba ya Yero-
boamu ku lunaku olwo: naye njogede ntya?
15 kakano kati. Kubanga Mukama alikuba Isiraeri
ngekitogo bwekinyenyezebwa mu ma'zi; era alisi-
mbula Isiraeri okubagya munsi eno enungi gye-
yawa bajaja babwe, era alibasasanyiza emitala
Womuga; kubanga bakoze Bāsera babwe, nga
16 basunguwaza Mukama. Era aliwayo Isiraeri
olwebibi bya Yeroboamu byeyayonona era byeya-
17 yononyesa Isiraeri. Awo muka Yeroboamu nago-
lokoka neyegendera naja Etiriza: awo bweyali
ngaja ku mulyango gwenyumba, omwana nafa.
18 Isiraeri yena nebamuzika nebamukungubagira;
ngekigambo kya Mukama bwekyali kyeyayogera
19 nomukono gwomuduwe Akiya nabi. Nebikolwa
ebirala byona ebya Yeroboamu bweyalwana era
bweyafuga, laba, byawandikibwa mu kitabo ekye-
20 byomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri. Nenaku
Yeroboamu zeyafugira zali emyaka abiri mwebiri:
neyebakira wamu ne bajajabe, Nadabu mutaba-
niwe nafuga mu kifokye.

21 Awo Lekoboamu mutabani wa Sulemani nafuga
mu Yuda. Lekoboamu yali yakamaze emyaka
ana mu gumu bweyalya, nafugira emyaka kumi
nomusanvu mu Yerusalemi, ekibuga Mukama
kyeyeroboza mu bika byona ebya Isiraeri oku-
teka omwo erinyalye: nerinya lya nyina lyali
22 Naama Omwamoni. Yuda nakola ekyali mu
maso ga Mukama ekibi; nebamukwasa obugya
olwebibi byabwe byebakola okusinga byona bajaja

babwe byebakola. Kubanga bezimbira ebifo 23
ebigulumivu nabo nempagi ne Bāsera ku buli
lusozi oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi;
era waliwo nabalyanga ebiswaga munsi: nebakola 24
ngebyemizizo byona bwebyali ebyamawanga Mu-
kama geyagoba mu maso gabana ba Isiraeri. Awo 25
olwatuka mu mwaka ogwokutano ogwa kabaka
Lekoboamu Sisaka kabaka Wemisiri nayambuka
okulumba Yerusalemi: nagyayo ebyobugaga ebyo- 26
munyumba ya Mukama nebyobugaga ebyomu-
nyumba ya kabaka; yatwalira dala byona: na-
gyayo engabo zona eza zabu Sulemani zeyali
akoze. Awo kabaka Lekoboamu nakola engabo 27
za bikomo okuda mu kifo kyazo, naziteresa emi-
kono gyabakulu babambowa abakumanga olugi
lwenyumba ya kabaka. Awo olwatuka kabaka 28
buli lweyaingiranga mu nyumba ya Mukama,
abambowa nebazambalanga nebazi'za munju eya-
bambowa. Era ebikolwa ebirala byona ebya 29
Lekoboamu ne byona byeyakola tebyawandikibwa
mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba
Yuda? Era wabangawo entalo eri Lekoboamu 30
ne Yeroboamu enaku zona. Lekoboamu neyeba- 31
kira wamu ne bajajabe nazikibwa wamu ne baja-
jabe mu kibuga kya Daudi: ne nyina erinyalye
lyali Naama Omwamoni. Abiyamu mutabaniwe
nafuga mu kifokye.

15

Awo mu mwaka ogwekumi nomunana ogwa 1
Yeroboamu kabaka mutabani wa Nebati, Abiyamu
natanula okufuga Yuda. Yafugira emyaka esatu 2
mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye lyali Maaka
muwala wa Abisalomu. Natambulira mu bibi 3
byona ebya kitawe byeyakola okumusoka: nomu-
timagwe tegwatukirira eri Mukama Katondawe
ngomutima gwa Daudi kitawe. Era naye kulwa 4

Daudi Mukama Katondawe namuwa etabaza mu
Yerusalemi okuimusa mutabaniwe oluvanyu-
5 malwe nokunyuweza Yerusalemi: kubanga Daudi
yakolanga ebyali mu maso ga Mukama ebirungi,
natakyuka okuva mu kintu kyona kyeyamula-
gira enaku zona ezobulamubwe wabula mu kiga-
6 mbo kya Uliya Omukiti. Awo wabangawo enta-
lo eri Lekoboamu ne Yeroboamu enaku zona
7 ezobulamubwe. Nebikolwa ebirala byona ebya
Abiyamu ne byona byeyakola tebyawandikibwa
mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba
Yuda? Newaba entalo eri Abiyamu ne Yero-
8 boamu. Abiyamu neyebakira wamu ne bajajabe:
nebamuzika mu kibuga kya Daudi: Asa mutaba-
niwe nafuga mu kifokye.
9 Awo mu mwaka ogwamakumi abiri ogwa
Yeroboamu kabaka wa Isiraeri Asa natanula
10 okufuga Yuda. Nafugira emyaka ana mu gumu
mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye lyali Maaka
11 muwala wa Abisalomu. Asa nakola ebyali mu
maso ga Mukama ebirungi nga Daudi kitawe
12 bweyakola. Nagoba abalyanga ebisiyaga munsi,
nagyawo ebifananyi byona bajajabe byebakola.
13 Era ne Maaka nyina namugoba mu bwa nama-
sole kubanga yali akoze ekifananyi ekyomuzizo
okuba Asera; Asa natema ekifananyikye nakyo-
14 kera ku kaga Kidironi. Naye ebifo ebigulumivu
tebyagyibwawo: naye omutima gwa Asa gwatu-
15 kirira eri Mukama enakuze zona. Naingiza mu
nyumba ya Mukama ebintu kitawe byeyawonga
nebintu byeyawonga ye ye nyini, efeza nezabu
16 nebintu. Newaba entalo eri Asa ne Baasa kabaka
17 wa Isiraeri enaku zabwe zona. Awo Baasa kabaka
wa Isiraeri natabala Yuda, nazimba Lama obuta-
ganya muntu kufuluma newakubade okuingira
18 eri Asa kabaka wa Yuda. Awo Asa nadira efeza
yona nezabu eyali esigade mu byobugaga ebyo-
munyumba ya Mukama nebyobugaga ebyomu-

nyumba ya kabaka nabikwasa emikono gyabadube: kabaka Asa nabiwereza Benikadada mutabani wa Tabirimoni mutabani wa Kezioni kabaka Webusuli eyabera Edamasiko, ngayogera nti (Waliwo) endagano eri nze nawe, eri kitange ne 19
kitawo: laba, nkuwereza ekirabo kya feza nezabu; genda omenye endaganoyo eri Baasa kabaka wa Isiraeri anveko. Awo Benikadada nawulira ka- 20
baka Asa, natuma abakulu begyerye okulumba ebibuga bya Isiraeri, nakuba Iyoni ne Dani ne Aberibesimaaka ne Kinerosi yona nensi yona eya Nafutali. Awo olwatuka Baasa bweyakiwulira 21
naleka okuzimba Lama nabera Etiriza. Awo 22
kabaka Asa nalangira Yuda yena; tewali eyagyibwako; nebagyawo amainja Agerama nemiti gyakyo Baasa byeyazimbya; kabaka Asa nazimba nabyo Geba ekya Benyamini ne Mizipa. Era 23
ebikolwa ebirala byona ebya Asa namanyige gona ne byona byeyakola nebibuga byeyazimba tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Yuda? Naye mu kisera ekyobukadebwe nalwala ebigere. Asa neyebakira wamu 24
ne bajajabe nazikibwa wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi kitawe: Yekosafati mutabaniwe nafuga mu kifokye.

Awo Nadabu mutabani wa Yeroboamu natanula 25
okufuga Isiraeri mu mwaka ogwokubiri ogwa Asa kabaka wa Yuda, nafugira Isiraeri emyaka ebiri. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi, nata- 26
mbulira mu kubolya kitawe nemu kyononokye kyeyayononyesa Isiraeri. Awo Baasa mutabani wa 27
Akiya owomunyumba ya Isakali namwekobana; Baasa namukubira Egibesoni Ekyabafirisiti; kubanga Nadabu ne Isiraeri yena bali bazingiziza Gibesoni. Mu mwaka ogwokusatu ogwa Asa ka- 28
baka wa Yuda Baasa mweyamutira, nafuga mu kifokye. Awo olwatuka amangwago bweyalya, 29
na'ta enyumba yona eya Yeroboamu; teyamulekera

Yeroboamu nomu eyasa omuka okutusa lweyamu-
zikiriza; ngekigambo bwekyali ekya Mukama
kyeyayogera nomukono gwomuduwe Akiya Omu-
30 sironi: olwebibi bya Yeroboamu byeyayonona
era byeyayononyesa Isiraeri; olwokusunguwa-
zakwe kweyasunguwaza Mukama Katonda wa
31 Isiraeri. Era ebikolwa ebirala byona ebya Nadabu
ne byona byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo
ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri?
32 Newaba entalo eri Asa ne Baasa kabaka wa Isira-
eri enaku zabwe zona.
33 Mu mwaka ogwokusatu ogwa Asa kabaka wa
Yuda Baasa mutabani wa Akiya natanula okufuga
Isiraeri yena Etiriza, (nafugira) emyaka amakumi
34 abiri mwena. Nakola ebyali mu maso ga Mu-
kama ebibi natambulira mu kubo lya Yeroboamu
ne mu kwononakwe kweyayononyesa Isiraeri.
16 Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Yeku
mutabani wa Kanani ku Baasa nga kyogera nti
2 Kubanga nakugulumiza nga nkugya mu nfufu
nenkufula omukulu wabantu bange Isiraeri;
nawe otambulide mu kubo lya Yeroboamu noyo-
nonyesa abantu bange Isiraeri okunsunguwaza
3 nebibi byabwe; laba, ndigyirawo dala Baasa ne-
nyumbaye: era ndifula enyumbayo okufanana
enyumba ya Yeroboamu mutabani wa Nebati.
4 Owa Baasa anafiranga mu kibuga embwa zinamu-
lyanga; nowokubabe anafiranga ku tale enyonyi
5 ezomubanga zinamulyanga. Era ebikolwa ebirala
byona ebya Baasa ne byeyakola namanyige tebya-
wandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
6 bakabaka ba Isiraeri? Baasa neyebakira wamu
ne bajajabe nazikibwa Etiriza: Era mutabaniwe
7 nafuga mu kifokye. Era nate ekigambo kya Mu-
kama nekija ku Baasa mu mukono gwa nabi
Yeku mutabani wa Kanani ne ku nyumbaye olwe-
bibi byona byeyakola mu maso ga Mukama oku-
musunguwaza nomulimu gwemikonogye ngafa-

nana enyumba ya Yeroboamu era kubanga yamukuba.

Mu mwaka ogwamakumi abiri mu mukaga ogwa 8
Asa kabaka wa Yuda Era mutabani wa Baasa natanula okufugira Isiraeri Etiriza (nafugira) emyaka ebiri. Awo omuduwe Zimiri omukulu wekitundu 9
kyamagalige namwekobana: era yali ali Etiriza nganywa omwenge ngatamirira mu nyumba ya Aliza eyali sabakaki mu Tiriza: Zimiri naingira 10
namufumita namuta mu mwaka ogwamakumi abiri mu musanvu ogwa Asa kabaka wa Yuda, nafuga mu kifokye. Awo olwatuka bweyatanula 11
okufuga, nga kyajatule ku ntebeye, awo nata enyumba yona eya Baasa: teyamusigaliza mwana wa bulenzi, newakubade ku ngandaze newakubade ku mikwanogye. Bwatyo Zimiri bweyazikiriza 12
enyumba yona eya Baasa ngekigambo kya Mukama bwekyali kyeyayogera ku Baasa mu Yeku nabi, olwebibi byona ebya Baasa, nebibi bya Era 13
mutabaniwe byebayonona era byebayononyesa Isiraeri, okumusunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri nebirerya byabwe. Era ebikolwa ebirala 14
byona ebya Era ne byona byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri?

Mu mwaka ogwamakumi abiri mu musanvu 15
ogwa Asa kabaka wa Yuda Zimiri nafugira enaku musanvu Etiriza. Era abantu bali basiside okulwana ne Gibesoni Ekyabafirisiti. Awo abantu 16
abali basiside nebawulira nga bogera nti Zimiri yekobanye era ase kabaka: Isiraeri yena kyebava bafula Omiri omukulu wegye okuba kabaka wa Isiraeri ku lunaku olwo mu lusisira. Omiri na- 17
yambuka ngava Egibesoni ne Isiraeri yena wamu naye, nebazingiza Tiriza. Awo olwatuka Zimiri 18
bweyalaba ngekibuga kimenyedwa, naingira mu kigo ekyenyumba ya kabaka, neyeyokerera nomuliro mu nyumba ya kabaka nafa, olwebibibye 19

byeyayonona ngakola ebyali mu maso ga Mukama
ebibi ngatambulira mu kubo lya Yeroboamu ne
20 mu kibikye kyeyakola okwononyesa Isiraeri. Era
ebikolwa ebirala byona ebya Zimiri nobujemubwe
bweyajema tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
mumirembe gya bakabaka ba Isiraeri?
21 Awo abantu ba Isiraeri nebawulibwamu ebibi-
na bibiri: ekitundu kyabantu nga bagoberera Ti-
bini mutabani wa Ginasi okumufula kabaka; ne-
22 kitundu nga bagoberera Omiri. Naye abantu
abagoberera Omiri nebasinga abantu abagoberera
Tibini mutabani wa Ginasi: awo Tibini nafa,
23 Omiri nalya. Mu mwaka ogwamakumi asatu mu
gumu ogwa Asa kabaka wa Yuda Omiri natanula
okufuga Isiraeri (nafugira) emyaka kumi nebiri:
24 yafugira emyaka mukaga Etiriza. Nagula olusozi
Samaliya eri Semera ne talanta biri za feza; nazi-
mba ku lusozi natuma ekibuga kyeyazimba erinya
ngerinya bweryali erya Semera nyini lusozi Sa-
25 maliya. Omiri nakola ebyali mu maso ga Muka-
ma ebibi nagira ekyejo okusinga bona abamusoka.
26 Kubanga yatambulira mu kubo lyona erya Yeroboa-
mu mutabani wa Nebati ne mu bibibye byeyayo-
nonyesa Isiraeri okusunguwaza Mukama Katonda
27 wa Isiraeri nebirerya byabwe. Era ebikolwa
ebirala byona ebya Omiri byeyakola namanyige
geyalaga tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
28 mumirembe gya bakabaka ba Isiraeri? Awo
Omiri neyebakira wamu ne bajajabe nazikibwa
mu Samaliya: Akabu mutabaniwe nafuga mu
kifokye.
29 Awo mu mwaka ogwamakumi asatu mu muna-
na ogwa Asa kabaka wa Yuda Akabu mutabani
wa Omiri natanula okufuga Isiraeri: Akabu mu-
tabani wa Omiri nafugira Isiraeri mu Samaliya
30 emyaka amakumi abiri mwebiri. Era Akabu
mutabani wa Omiri nakola ebyali mu maso ga
31 Mukama ebibi okusinga bona abamusoka. Awo

olwatuka, ngakiita kigambo kitono okutambulira mu bibi bya Yeroboamu mutabani wa Nebati, nawasa Yezeberi muwala wa Esibaali kabaka Wabasidoni, nagenda nawereza Baali namusinza. Era yasimbira Baali ekyoto mu nyumba ya Baali 32
gyeyazimba mu Samaliya. Akabu nakola Base- 33
ra; Akabu neyeyongera nate okukola ebyokusunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri okusinga bakabaka bona aba Isiraeri abamusoka. Ku mi- 34
rembegye Kieri Omubeseri nazimba Yeriko: yasawo emisingi gyakyo na kufirwa Abiramu omuberyeberyewe, nasimba enzigi zakyo na kufirwa mutabaniwe omuto Seguba, ngekigambo kya Mukama bwekyali kyeyayogera nomukono gwa Yosuwa mutabani wa Nuni.

17

Awo Eriya Omutisibi, eyali kwabo abatula 1
Egireada, namugamba Akabu nti Mukama Katonda wa Isiraeri nga bwali omulamu gwenyimiriira mu masoge, tewaliba musulo newakubade enkuba mu myaka gino, wabula ngekigambo kyange bwekiri. Awo ekigambo kya Mukama 2
nekimujira nga kyogera nti Va wano okyuke 3
ebuvanjuba wekweke awali akaga Kerisi akolekera Yolidani. Awo olulituka ononyweranga mu 4
kaga; era ndagide banamungona okukulisayo. Awo nagenda nakola ngekigambo kya Mukama 5
bwekyali: kubanga yagenda nabera awali akaga Kerisi akolekera Yolidani. Awo banamungona 6
nebamuleteranga emere nenyama enkya, nemere nenyama akawungezi; nanyweranga mu kaga. Awo olwatuka daki akaga nekakala olwobutaba 7
nkuba munsi.

Awo ekigambo kya Mukama nekimujira nga 8
kyogera nti Golokoka ogende Ezalefasi ekya Si- 9
doni, obere eyo: laba, ndagide omukazi omuna-

10 mwandu ali eyo okukulisanga. Awo nagolokoka
nagenda Ezalefasi: awo bweyatuka ku wankaki
wekibuga, laba, omukazi omunamwandu ngali
eyo ngalonda enku: namuita nayogera nti Nkwe-
11 gairide, nkimira otu'zi mu kibya, 'nywe. Awo
ngagenda okugakima, namuita nayogera nti
Nkwegairide, ndetera akamere mu mukonogwo.
12 Nayogera nti Nga Mukama Katondawo bwali
omulamu, sirina mugati, wabula olubatu lwobuta
mu pipa notufuta mu kasumbi: era, laba, nsenya
enku biri nyingire nefumbire nze nomwana wa-
13 nge, tubulye tufe. Awo Eriya namugamba nti
Totya; genda okole nga bwoyogede: naye soka
onfumbire nze nabwo akagati, okalete gyendi,
14 oluvanyuma wefumbire weka nomwanawo. Ku-
banga bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa
Isiraeri nti Epipa eyobuta terikendera so nakasu-
mbi kamafuta tekaligwawo, okutusa ku lunaku
15 Mukama lwalitonyesa enkuba kunsi. Awo nage-
nda nakola nga Eriya bwayogede: omukazi naye
16 nenyumbaye nebalira enaku (nyingi). Epipa
eyobuta teyakendera so nakasumbi kamafuta te-
kagwawo ngekigambo kya Mukama bwekyali kye-
17 yayogerera mu Eriya. Awo olwatuka oluva-
nyuma lwebyo omwana womukazi oyo nyini nyu-
mba nalwala; nendwadeye nenyikira bweti nata-
18 bamu nate na muka. Awo nagamba Eriya nti
Nfayo ki eri gwe, gwe omusaja wa Katonda?
waja gyendi okunjijukiza ekibi kyange nokuta
19 omwana wange! Namugamba nti Mpa omwana-
wo. Namugya mu kifubakye namusitula namu-
linyisa munju gyeyaberangamu namuteka ku
20 kitandakye ye. Nakabira Mukama, nayogera nti
Ai Mukama Katonda wange, olese ekibi ne ku
21 munamwandu ansuza ngo'ta omwanawe? Neye-
gololа ku mwana emirundi esatu, nakabira Mu-
kama nayogera nti Ai Mukama Katonda wange,
nkwegairide, obulamu bwomwana ono bumudemu

nate. Mukama nawulira edobozi lya Eriya; 22
obulamu bwomwana nebumudamu nate, nalama.
Awo Eriya nadira omwana namuserengesa nga- 23
mugya mu kisenge namuleta mu nyumba namuwa
nyina: Eriya nayogera nti Laba, omwanawo mu-
lamu. Awo omukazi nagamba Eriya nti Kakano 24
manyi ngoli musaja wa Katonda, era ngekigambo
kya Mukama mu kamwako ge mazima.

18

Awo olwatuka enaku nyingi bwezaitawo, ekiga- 1
mbo kya Mukama nekimujira Eriya mu mwaka
ogwokusatu nga kyogera nti Genda werage eri
Akabu; nange nditonyesa enkuba kunsi. Awo 2
Eriya nagenda okweraga eri Akabu. Era enjala
ngenyikide nyo mu Samaliya. Awo Akabu nai- 3
ta Obadiya eyali sabakaki. [Era Obadiya yatya
nyo Mukama: kubanga olwatuka Yezeberi bwe- 4
yamalawo banabi ba Mukama, Obadiya nadira
banabi kikumi nabakweka mu mpuku atano ata-
no, nabalisanga nemigati nama'zi.] Awo Akabu 5
nagamba Obadiya nti Genda obune ensi eri
enzi'zi zona ezama'zi neri obuga bwona: mpozi
tuliraba omudo netuwonya embalasi nenyumbu
obutafa tuleme okufirwa ensolo zona. Awo neba- 6
gabana ensi bombi okugibuna: Akabu ngakwata
ekubolye ye, ne Obadiya ngakwata ekubolye ye.
Awo Obadiya ngali mu kubo, laba, Eriya namu- 7
sanga: namumanya navunama amasoge nayogera
nti Gwe wuno, mukama wange Eriya? Namudamu 8
nti Nze nzuno: genda obulire mukamawo nti
Laba, Eriya (ali wano). Nayogera nti Nyononye 9
mu ki, noyagala okuwayo omuduwo mu mukono
gwa Akabu okunzita? Nga Mukama Katonda- 10
wo bwali omulamu, tewali gwanga newakubade
obwakabaka mukama wange gyatatuma okuku-
nonya: awo bwebayogeranga nti Tali wano, nala-

iza obwakabaka obwo negwanga nga tebakulabye.
11 Awo kakano oyogede nti Genda obulire mukama-
12 wo nti Laba, Eriya (ali wano). Awo olulituka nga kyenje nkuveko awo omwoyo gwa Mukama gunakutwala gyesimanyi; awo bwendituka nemubulira Akabu natainza kukulaba, alinzita: naye nze omuduwo ntya Mukama okuva mu buto
13 bwange. Tekyamubulirwa mukama wange kyenakola, Yezeberi bweyata banabi ba Mukama, bwenakweka abasaja kikumi ku banabi ba Mukama mu mpuku atano atano, nembalisa emigati
14 nama'zi? Awo kakano oyogede nti Genda obulire mukamawo nti Laba, Eriya (ali wano): awo ana-
15 nzita. Awo Eriya nayogera nti Nga Mukama owegye bwali omulamu, gwenyimiririra mu ma-
16 soge, sireme kweraga eri ye lero. Awo Obadiya nagenda okusisinkana Akabu namubulira: Akabu
17 nagenda okusisinkana Eriya. Awo olwatuka Akabu bweyalaba Eriya Akabu namugamba nti
18 Gwe wuno, gwateganya Isiraeri? Nadamu nti Nze sinateganya Isiraeri; naye gwe nenyumba ya kitawo, kubanga mwaleka ebiragiro bya Mu-
19 kama, nogoberera Babaali. Kale no tuma okunganyize gyendi Isiraeri yena eri olusozi Kalameri ne banabi ba Baali ebikumi bina mwatano ne banabi ba Basera ebikumi bina abalya ku me-
20 za ya Yezeberi. Awo Akabu natumira abana ba Isiraeri bona nakunganyiza banabi eri olusozi
21 Kalameri. Awo Eriya nasemberera abantu bona, nayogera nti Mulitusa wa oku'ta aga naga nga mulowoza wabiri? Mukama oba ye Katonda, mumugoberere: naye oba Baali, kale mumugobe-
22 rere ye. Abantu nebatamudamu kigambo. Awo Eriya nagamba abantu nti Nze, nze nzeka, nsigade nabi wa Mukama; naye banabi ba Baali aba-
23 saja ebikumi bina mwatano. Kale batuwe ente biri; beroboze ente emu okuba eyabwe, bagitemeteme, bagiteke kunku, so tebateka muliro wansi: na-

nge nalongosa ente eyokubiri, nengiteka kunku, ne-
siteka muliro wansi. Awo mwe mukabirire erinya 24
lya katonda wamwe, nange nakabirira erinya lya
Mukama: awo Katonda anadamu nomuliro oyo
abe Katonda. Awo abantu nebadamu nebogera
nti Oyogede bulungi. Awo Eriya nagamba ba- 25
nabi ba Baali nti Mweroboze ente emu okuba
eyamwe, musoke okugirongosa ; kubanga muli
bangi ; mukabirire erinya lya katonda wamwe,
naye temuteka muliro wansi. Nebadira ente 26
gyebawebwa, nebagirongosa, nebakabirira erinya
lya Baali okuva enkya okutusa etuntu, nga boge-
ra nti Ai Baali, tuwulire. Naye newataba dobo-
zi newakubade adamu nomu. Nebabuka awali
ekyoto ekyakolebwa. Awo olwatuka mu tuntu 27
Eriya nabadulira nayogera nti Mwogerere wagulu:
kubanga katonda ; oba afumitiriza oba akyamye
obali ku lugendo oba mpozi yebase, kigwanide
okumuzukusa. Nebogerera wagulu nebesala no- 28
bwambe namafumu ngengeri yabwe bweyali oku-
tusa omusai lwegwakulukutira kubo. Awo olwa- 29
tuka etuntu bweryali limenyese, nebalagula oku-
tusa ekisera ekyokuwayo ekitone (ekyakawunge-
zi); naye newataba dobozi newakubade adamu
nomu newakubade asayo omwoyo. Awo Eriya 30
nagamba abantu bona nti Munsemberere ; abantu
bona nebamusemberera. Nadabiriza ekyoto kya
Mukama ekyali kisulidwa. Awo Eriya nadira 31
amainja kumi ngomuwendo bweguli ogwebika
byabana ba Yakobo eyajirwa ekigambo kya Mu-
kama nga kyogera nti Isiraeri lye liriba erinyalyo.
Nazimba amainja okuba ekyoto mu linya lya 32
Mukama, nasima olusalosalo okwetolola ekyoto,
obunene bwalwo olugyamu ebigero bibiri ebye-
nsigo. Natindikira enku, natematema ente, nagi- 33
teka kunku. Nayogera nti Mujuze amapipa ana
ama'zi, mugafuke ku kiwebwayo ekyokebwa ne
kunku. Awo nayogera nti Mukole bwemutyo 34

omulundi ogwokubiri ; nebakola bwebatyo omulundi ogwokubiri. Nayogera nti Mukole bwemutyo omulundi ogwokusatu ; nebakola bwebatyo
35 omulundi ogwokusatu. Ama'zi negakulukuta okwetolola ekyoto ; najuza nolusalosalo ama'zi.
36 Awo olwatuka mu kisera ekyokuwayo ekitone (ekyakawungezi) Eriya nabi nasembera nayogera nti Ai Mukama Katonda wa Ibulaimu, owa Isaka ne Isiraeri, kitegerebwe lero nga gwe Katonda mu Isiraeri, era nga nze ndi muduwo, era nga nkoze
37 bino byona lwa kigambokyo. Mpulira, ai Mukama, mpulira, abantu bano bamanye nga gwe, Mukama, gwe Katonda, era ngokyusi'za emitima
38 gyabwe okudayo. Awo omuliro gwa Mukama negugwa negwokya ekiwebwayo ekyokebwa nenku namainja nenfufu, negukombera dala ama'zi
39 agali mu lusalosalo. Awo abantu bona bwebakiraba nebavunama amaso gabwe: nebogera nti Mukama ye Katonda ; Mukama ye Katonda.
40 Awo Eriya nabagamba nti Mukwate banabi ba Baali: waleme okuwona nomu. Nebabakwata: Eriya nabaserengesa eri akaga Kisoni naba'tira
41 eyo. Awo Eriya nagamba Akabu nti Golokoka olye onywe ; kubanga waliwo okuwuma kwenku-
42 ba nyingi. Awo Akabu nagolokoka okulya nokunywa. Eriya nalinya ku ntiko Yekalameri ; navunama wansi ku taka, nateka amasoge wakati
43 wamavivige. Nagamba omuduwe nti Yambuka no olengere awali enyanja. Nalinya nalengera nayogera nti Tewali kintu. Nayogera nti Genda
44 nate emirundi musanvu. Awo olwatuka omulundi ogwomusanvu nayogera nti Laba, ekire kirinya nga kiva mu nyanja ekiri ngomukono gwomuntu obutono. Nayogera nti Yambuka omugambe Akabu nti Tekateka (egaliyo), oserengete
45 enkuba ereme okukuziiza. Awo olwatuka ekisera kitono bwekyaitawo, egulu neribindabinda ebire nembuyaga, newaba enkuba nyingi. Akabu

nalinya (mu gali) nagenda Eyezereeri. Omukono 46
gwa Mukama neguba ku Eriya ; neyesiba ekimyu
nadukira mu maso ga Akabu okutusa awaingiri-
rwa Eyezereeri.

19

Awo Akabu nabulira Yezeberi byona Eriya 1
byeyakola era bweya'ta banabi bona nekitala.
Awo Yezeberi namutumira Eriya omubaka 2
ngayogera nti Bakatonda bankole bwebatyo
nokukirawo, bwesirifula obulamubwo okuba
ngobulamu bwomu kubo enkya bwebuliba nga
kampegano. Awo bweyalaba ekyo nagolokoka 3
nagenda olwobulamubwe, naja Ebeeriseba ekya
Yuda, nalekayo omuduwe. Naye ye nyini nata- 4
mbula olugendo olwolunaku lumu mu lukola, naja
natula wansi womwolola : neyesabira okufa ;
nayogera nti Kinamala ; kakano, ai Mukama,
nziyako obulamu bwange; kubanga sisinga bajaja
bange obulungi. Nagalamira neyebaka wansi 5
womwolola; awo, laba malaika namukomako,
namugamba nti Golokoka olye. Natunula, awo, 6
laba, omugati nga guli awali omutwegwe ogwo-
kedwa ku manda nakasumbi akama'zi. Nalya
nanywa nagalamira nate. Malaika wa Mukama 7
naja nate omulundi ogwokubiri namukomako
nayogera nti Golokoka olye; kubanga olugendo
lukuinze obunene. Nagolokoka nalya nanywa, 8
natambula mu manyi agemere eyo enaku amakumi
ana emisana nekiro natuka Ekolebu olusozi lwa
Katonda. Natukayo naingira mu mpuku, nasula 9
omwo; awo, laba, ekigambo kya Mukama
nekimujira, namugamba nti Okola ki wano,
Eriya? Nayogera nti Nkwatidwa obugya bungi 10
kulwa Mukama Katonda owegye; kubanga abana
ba Isiraeri balese endaganoyo, basude ebyotobyo,
era ba'se banabibo nekitala : nange, nze nzeka,

nsigade; nobulamu bwange babunonya okubugya-
11 wo. Nayogera nti Fuluma oimirire ku lusozi
mu maso ga Mukama. Awo, laba, Mukama
naitawo, embuyaga nyingi ezamanyi nezimenya
ensozi nezasa enjazi mu maso ga Mukama; naye
Mukama nga tali mu mbuyaga: awo oluvanyuma
lwembuyaga kikankano kya nsi; naye Mukama
12 nga tali mu kikankano kyensi: awo oluvanyuma
lwekikankano muliro; naye Mukama nga tali mu
muliro: awo oluvanyuma lwomuliro dobozi tono
13 lya gonjebwa. Awo olwatuka Eriya bweyali-
wulira, neyebika amasoge mu munagiro, nafuluma
naimirira mu mulyango gwempuku. Awo, laba,
newamujira edobozi, neryogera nti Okola ki wano,
14 Eriya? Nayogera nti Nkwatidwa obugya bungi
kulwa Mukama Katonda owegye; kubanga abana
ba Isiraeri balese endaganoyo, basude ebyotobyo,
era ba'se banabibo nekitala; nange, nze nzeka,
nsigade; nobulamu bwange babunonya okubu-
15 gyawo. Awo Mukama namugamba nti Genda
odeyo mu kubolyo eri olukola Olwedamasiko:
awo bwolituka ofukanga amafuta ku Kazaeri
16 okuba kabaka Webusuli: ne Yeku mutabani wa
Nimisi omufukangako amafuta okuba kabaka wa
Isiraeri: ne Erisa mutabani wa Safati Oweya-
berimekolasi omufukangako amafuta okuba nabi
17 mu kifokyo. Awo olulituka oyo aliwona ekitala
kya Kazaeri Yeku alimuta: noyo aliwona ekitala
18 kya Yeku Erisa alimuta. Era naye ndyesigaliza
akasanvu mu Isiraeri amavivi gona agatafukami-
riranga Baali na buli kamwa akatamunywege-
19 ranga. Awo navayo nasanga Erisa mutabani wa
Safati eyali ngalima ngalina mu masoge emigogo
(gyente) kumi nebiri, ye ngalina ogwekumi nebiri:
awo Eriya nasomoka okugenda gyali namusulako
20 omunagirogwe. Awo naleka ente, naduka mbiro
okugoberera Eriya, nayogera nti Nkwegairide,
kamale okunywegera kitange ne mange, ndyoke

nkugoberere. Namugamba nti Dayo; kubanga nkukoze ki? Nadayo natamugoberera nadira 21
omugogo gwente nazita, nafumba enyama yazo nebintu ebyente, nagabira abantu nebalya. Awo nagolokoka nagoberera Eriya namuwereza.

20

Awo Benikadada kabaka Webusuli nakunganya 1
egyerye lyona: newaba wamu naye bakabaka amakumi asatu mu babiri nembalasi namagali: nayambuka nazingiza Samaliya nalwana nakyo. Natumira Akabu kabaka wa Isiraeri ababaka mu 2
kibuga, namugamba nti Bwatyo bwayogera Benikadada nti Efezayo nezabuyo yange; ne 3
bakazibo nabo nabanabo, abasinga obulungi, bange. Awo kabaka wa Isiraeri nadamu nayogera nti 4
Kiri ngekigambokyo, mukama wange, ai kabaka; nze wuwo ne byona byenina. Awo ababaka 5
nebakomawo nebogera nti Bwatyo bwayogera Benikadada nti Okutuma nakutumira nga njogera nti Oliwayo gyendi efezayo nezabuyo ne bakazibo nabanabo; naye ndikutumira abadu bange enkya 6
bwebuliba nga kampegano, awo balikebera enyumbayo nenyumba zabadubo; awo olulituka kyona kyona ekisanyusa amasogo balikiteka mu mukono gwabwe nebakitwala. Awo kabaka wa 7
Isiraeri naita abakade bona abensi, nayogera nti Mutegere, mbegairide, mulabe omusaja ono bwalina kyatwagaza: kubanga yantumira olwa bakazi bange nabana bange nefeza yange nezabu yange; nesimuma. Awo abakade bona nabantu bona 8
nebamugamba nti Towulira so tokiriza. Kyeyava 9
agamba ababaka ba Benikadada nti Gamba mukama wange kabaka nti Byona byewasokerako okutumira omuduwo ndibikola: naye kino siinza kukikola. Ababaka nebagenda nebamudiza ebigambo. Awo Benikadada namutumira nayo- 10
gera nti Bakatonda bankole bwebatyo nokukirawo,

enfufu Eyesamaliya bweribuna abantu bona
11 abangoberera okuba embatu. Awo kabaka wa
Isiraeri nadamu nayogera nti Mumugambe nti Eye-
siba (ebyokulwanyisabye) aleme okwenyumiriza
12 ngoyo abyesumulula. Awo olwatuka (Benikadada)
bweyawulira ekigambo ekyo, bweyali nganywera,
ye ne bakabaka abo, mu wema, nagamba abadube
nti Musimbe enyiriri. Nebasimba enyiriri oku-
13 lwana nekibuga. Awo, laba, nabi hasemberera
Akabu kabaka wa Isiraeri, nayogera nti Bwatyo
bwayogera Mukama nti Olabye ekibina kino
kyona ekinene? laba, nakigabula mu mukonogwo
14 lero; nawe onomanya nga nze Mukama. Akabu
nayogera nti Eri ani? Nayogera nti Bwatyo
bwayogera Mukama nti Eri abalenzi ababakulu
bamasaza. Awo nayogera nti Ani alisoka oku-
15 lwana? Nadamu nti Gwe. Awo nayolesa abalenzi
ababakulu bamasaza, nebaba ebikumi bibiri
mwasatu mu babiri: awo oluvanyuma lwabwe
nayolesa abantu bona, abana ba Isiraeri bona, ke
16 kasanvu. Awo nebatabala mu tuntu. Naye
Benikadada yali ngali mu wema nganywa
omwenge ngatamira, ye ne bakabaka, bakabaka
17 amakumi asatu mu babiri abamubera. Awo
abalenzi ababakulu bamasaza be basoka okuta-
bala; Benikadada natuma, nebamubulira nti
18 Waliwo abasaja abafulumye mu Samaliya. Nayo-
gera nti Oba bafulumide emirembe, mubawambe;
19 oba bafulumide obulwa, mubawambe. Awo abo
nebafuluma mu kibuga, abalenzi ababakulu
20 bamasaza, negye eryabagoberera. Neba'ta buli
muntu musajawe; Abasuli nebaduka, Isiraeri
nebabagoberera: Benikadada kabaka Webusuli
nawonera ku mbalasi wamu nabebagala embalasi.
21 Awo kabaka wa Isiraeri nafuluma nakuba emba-
22 lasi namagali, nata Abasuli okuta kunene. Awo
nabi nasemberera kabaka wa Isiraeri namugamba
nti Genda odemu amanyi wetegereze olabe byo-

nokola: kubanga omwaka bwegulida kabaka Webusuli alikutabala.

Awo abadu ba kabaka Webusuli nebamugamba 23
nti Katonda wabwe katonda wa ku nsozi; kyebāva batusinga amanyi: naye tulwane nabo mu lusenyi, awo tetulirema kubasinga bo amanyi. Era kola 24
kino; gyawo bakabaka buli muntu mu kifokye, osewo mu kifo kyabwe abami: era webalire egye 25
erifanana egye lyewafirwa, embalasi okuda mu kifo kyembalasi negali okuda mu kifo kyegali: awo tulirwana nabo mu lusenyi, era tetulirema kubasinga amanyi. Awo nawulira edobozi lyabwe nakola bwatyo. Awo olwatuka omwaka bwegwada 26
Benikadada nayolesa Abasuli nayambuka nagenda Eyafeka okulwana ne Isiraeri. Awo abana ba 27
Isiraeri nebayolesebwa nebawebwa entanda yabwe, nebabatabala: awo abana ba Isiraeri nebasisira okubolekera nga bafanana ebisibo bibiri ebitono ebyabana bembuzi; naye Abasuli nebabuna ensi.
Awo omusaja wa Katonda nasembera nagamba 28
kabaka wa Isiraeri nayogera nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Kubanga Abasuli bogede nti Mukama katonda wa ku nsozi, naye si katonda wa mu bīwonvu; kyendiva ngabula mu mukonogwo ekibina kino kyona ekinene, namwe mulimanya nga nze Mukama. Awo nebasisira nga 29
basulaganako nebamala enaku musanvu. Awo olwatuka ku lunaku olwomusanvu nebalumbagana; abana ba Isiraeri nebata ku Basuli abasaja abatambula nebigere kasirivu ku lunaku lumu.
Naye abalala nebadukira Eyafeka mu kibuga; 30
awo bugwe nagwa ku basaja obukumi bubiri mu kasanvu abasigala. Ne Benikadada naduka natuka mu kibuga mu kisenge ekyomunda. Abadube 31
nebamugamba nti Laba no, tuwulide nga bakabaka benyumba ya Isiraeri bakabaka ba kisa: tukwegairide, twambale ebibukutu mu biwato nemigwa ku mitwe gyafe, tufulume eri kabaka

wa Isiraeri: mpozi anawonya obulamubwo.
32 Awo nebesiba ebibukutu mu biwato nebatikira
emigwa ku mitwe, nebaja eri kabaka wa Isiraeri,
nebogera nti Omuduwo Benikadada ayogera nti
Nkwegairide, mbere omulamu. Nayogera nti
33 Akyali mulamu? ye muganda wange. Awo
abasaja nebalabirira nyo nebanguya okwetegereza
obanga bwayagala bwatyo; nebogera nti Mu-
ndawo Benikadada. Awo nayogera nti Mugende
mumulete. Awo Benikadada nafuluma naja
34 gyali; namulinyisa mu gali. Awo (Benikadada)
namugamba nti Ebibuga kitange byeyagya ku
kitawo nze ndibi'zayo; era olyerimira engudo mu
Damasiko, nga kitange bweyerimira mu Samaliya.
Nange, (bweyayogera Akabu), nakuta nendagano
eno. Awo nalagana naye endagano namuta.
35 Awo omusaja omu owokubana ba banabi
nagamba mune olwekigambo kya Mukama nti
Nfumita, nkwegairide. Omusaja nagana okumu-
36 fumita. Awo namugamba nti Kubanga towulide
dobozi lya Mukama, laba, bwonoba nga kyojo-
nveko, empologoma enekuta. Awo bweyali nga
kyajamuveko, empologoma nemusanga nemuta.
37 Awo nasanga omusaja omulala, nayogera nti
Nfumita, nkwegairide. Omusaja namufumita
38 ngamufumita ekiwundu. Awo nabi neyegendera
nalindirira kabaka mu kubo, neyekyusa, ngabise
39 ekirembakye ku masoge. Awo kabaka bweyali
aitawo, nakabirira kabaka: nayogera nti Omuduwo
yafuluma wakati mu lutalo; awo, laba, omusaja
nakyama nandetera omusaja nayogera nti Kuma
omusaja ono: okubula bwaliba ngabuze, awo
obulamubwo buliba mu kifo kyobulamubwe, oba
40 oliriwa talanta eyefeza. Awo omuduwo bweyali
ngatawana eruwi neruwi, ngagenze. Awo kabaka
wa Isiraeri namugamba nti Era bwegutyo bwe-
gunaba omusangogwo; gwogusaze gwe we nyini.
41 Awo nayanguwa nagya ekiremba ku masoge;

kabaka wa Isiraeri namutegera nga wa ku banabi.
Namugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti 42
Kubanga wata omusaja owekive gyendi okuva mu
mukonogwo, obulamubwo kyebuliva bubera mu
kifo kyobulamubwe, nabantubo baliba mu kifo
kyabantube. Awo kabaka wa Isiraeri nagenda 43
mu nyumbaye, nganyikade era nganyize, naja
Esamaliya.

21

Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Nabosi 1
Omuyezereeri yalina olusuku olwemizabibu olwali
mu Yezereeri kumpi neriyumba lya Akabu kabaka
Wesamaliya. Awo Akabu nagamba Nabosi nti 2
Mpa olusukulwo olwemizabibu mbere nalwo
okuba olusuku lwenva, kubanga luli kumpi ne-
nyumba yange; nange ndikuwa mu kifo kyalwo
olusuku olwemizabibu olusinga obulungi: oba
bwonosima, ndikuwa ebintu ngomuwendo gwalwo
bweguli. Awo Nabosi nagamba Akabu nti 3
Mukama akidize eri gyendi nkuwe obusika bwa
bajaja bange. Awo Akabu naingira mu nyu- 4
mbaye, nganyikade era nganyize olwekigambo
Nabosi Omuyezereeri kyamugambye: kubanga
ayogede nti Sija kukuwa busika bwa bajaja bange.
Nagalamira ku kitandakye nakyusa amasoge
natakiriza kulya ku mere. Naye Yezeberi 5
mukaziwe naja gyali, namugamba nti Kiki
ekinakuwaziza omwoyogwo obwenkanide awo,
nokulya notolya ku mere? Namugamba nti 6
Kubanga njogede ne Nabosi Omuyezereeri nemu-
gamba nti Mpa olusukulwo olwemizabibu olwe-
bintu; oba bwonosima, ndikuwa olusuku
olwemizabibu (olulala) mu kifo kyalwo: nadamu
nti Sija kukuwa lusuku lwange olwemizabibu.
Yezeberi mukaziwe namugamba nti Gwofuga no 7
obwakabaka bwa Isiraeri? golokoka olye ku

mere, omutimagwo gusanyuke: nze ndikuwa olusuku olwemizabibu olwa Nabosi Omuyezereeri.
8 Awo nawandika ebaluwa mu linya lya Akabu, nazisako akaboneroke, nawereza ebaluwa abakade
nabakungu abali mu kibugakye era abatula awali
9 Nabosi. Nawandika mu baluwa ngayogera nti Mulangire okusiba, mumuteke Nabosi wagulu mu
10 bantu: muteke abasaja babiri aba Beriali mu masoge, bamulumirize nga bogera nti Wakolimira Katonda ne kabaka. Mulyoke mumugyewo,
11 mumukasukire amainja afe. Awo abasaja abomukibugakye abakade nabakungu ababera mu kibugakye nebakola nga Yezeberi bwabatumide, nga bwekyawandikibwa mu baluwa zeyabawereza.
12 Awo nebalangira okusiba, nebamuteka wagulu
13 Nabosi mu bantu. Abasaja babiri abana ba Beriali nebaingira nebatula mu masoge: abasaja ba Beriali nebamulumiriza, nga balumiriza Nabosi mu maso gabantu, nga bogera nti Nabosi yakolimira Katonda ne kabaka. Awo nebamugya
14 mu kibuga, nebamukasukira amainja nafa. Awo nebamutumira Yezeberi nga bogera nti Nabosi
15 akasukidwa amainja afude. Awo olwatuka Yezeberi bweyawulira Nabosi ngakasukidwa amainja era ngafude, Yezeberi nagamba Akabu nti Golokoka olye olusuku olwemizabibu olwa Nabosi Omuyezereeri lweyagana okukuwa olwebintu: kubanga Nabosi takyali mulamu naye afude.
16 Awo olwatuka Akabu bweyawulira Nabosi ngafude, awo Akabu nagolokoka okuserengeta mu lusuku olwemizabibu olwa Nabosi Omuyezereeri okululya.
17 Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Eriya
18 Omutisibi nga kyogera nti Golokoka oserengete okusisinkana ne Akabu kabaka wa Isiraeri atula mu Samaliya: laba, ali mu lusuku olwemizabibu
19 olwa Nabosi gyaserengese okululya. Era onomugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Ose

era olide? era onomugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Mu kifo embwa mwezakombera omusai gwa Nabosi, embwa mwezirikombera omusaigwo, wewawo, ogugwo. Awo Akabu nagamba Eriya nti Ondabye, gwe omulabe wange? Nadamu nti Nkulabye: kubanga wetunze okukola ebiri mu maso ga Mukama ebibi. Laba, ndikuletako akabi, era ndikuyerera dala, era ndimalawo eri Akabu buli mwana owobulenzi noyo asibidwa natasibidwa mu Isiraeri: era ndifula enyumbayo okufanana enyumba ya Yeroboamu mutabani wa Nebati nokufanana enyumba ya Baasa mutabani wa Akiya olwokusunguwaza kwewansunguwaza noyononyesa Isiraeri. Era Mukama nayogera ne ku Yezeberi nti Embwa zirirra Yezeberi awali ekigo Ekyeyezereeri. Owa Akabu anafiranga mu kibuga embwa zinamulyanga; noyo anafiranga ku tale enyonyi ezomubanga zinamulyanga. [Naye tewali eyafanana Akabu eyetunda okukola ebyali mu maso ga Mukama ebibi Yezeberi mukaziwe gweyapikiriza. Nakolanga ebyemizizo enyo ngagoberera ebifananyi nga byona bwebyali Abamoli byebakolanga Mukama beyagoba mu maso gabana ba Isiraeri.] Awo olwatuka Akabu bweyawulira ebigambo ebyo, nayuza ebyambalobye nayambala ebibukutu ku mubirigwe nasiba nagalamira ngayambade ebibukutu natambula mpola. Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Eriya Omutisibi nga kyogera nti Olaba Akabu bweyetowaza mu maso gange? kubanga yetowaza mu maso gange, sirireta kabi ako ku mirembegye: naye ku mirembe gya mutabaniwe bwendireta akabi ako ku nyumbaye.

22

1 Awo nebamala emyaka esatu nga tewali bulwa
2 eri Obusuli ne Isiraeri. Awo olwatuka mu
mwaka ogwokusatu Yekosafati kabaka wa Yuda
3 naserengeta eri kabaka wa Isiraeri. Awo kabaka
wa Isiraeri nagamba abadube nti Mumanyi nga
Lamosigireada kyafe, nafe tusirika netutakigya
4 mu mukono gwa kabaka Webusuli? Nagamba
Yekosafati nti Onogenda nange Eramosigireada
okulwana? Awo Yekosafati nagamba kabaka wa
Isiraeri nti Nze ndi nga gwe bwoli, abantu bange
5 ngabantubo, embalasi zange ngembalasizo. Awo
Yekosafati nagamba kabaka wa Isiraeri nti Nkwe-
6 gairide, buza ekigambo kya Mukama lero. Awo
kabaka wa Isiraeri nakunganya banabi abasaja
ngebikumi bina, nabagamba nti Ntabale Era-
mosigireada nantiki ndekeyo? Nebogera nti
Yambuka; kubanga Mukama alikigabula mu
7 mukono gwa kabaka. Naye Yekosafati nayogera
nti Tewali wano nate nabi wa Mukama, tumubuze?
8 Kabaka wa Isiraeri nagamba Yekosafati nti Wali-
wo nate omusaja omu gwetuinza okubulizamu
Mukama, Mikaya mutabani wa Imula: naye
mukyawa; kubanga tandagulako birungi wabula
ebibi. Yekosafati nayogera nti Kabaka aleme
9 okwogera bwatyo. Awo kabaka wa Isiraeri naita
omumbowa nayogera nti Yanguwa okime Mikaya
10 mutabani wa Imula. Era kabaka wa Isiraeri ne
Yekosafati kabaka wa Yuda nebatula buli muntu
ku ntebeye nga bambade ebyambalo byabwe, mu
mbuga eri ku mulyango gwa wankaki Wesama-
liya; banabi bona nebalagula mu maso gabwe.
11 Awo Zedekiya mutabani wa Kenaana neyekolera
amayembe agebyuma nayogera nti Bwatyo bwa-
yogera Mukama nti Olitomera Abasuli na gano
12 okutusa lwebalimalibwawo. Ne banabi bona
nebalagula bwebatyo, nga bogera nti Yambuka

Eramosigireada olabe omukisa: kubanga Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka. Awo omu- 13
baka eyagenda okuita Mikaya namugamba nti Laba no, ebigambo bya banabi (bimubulira) kabaka ebirungi nakamwa kamu: nkwegairide, ekigambokyo kifanane ekigambo kyomu kubo, oyogere ebirungi. Awo Mikaya nayogera nti Nga 14
Mukama bwali omulamu, Mukama kyanangamba ekyo kyenayogera. Awo bweyaja eri kabaka, 15
kabaka namugamba nti Mikaya, tutabale Eramosigireada nantiki tulekeyo? Namudamu nti Yambuka olabe omukisa; era Mukama alikigabula mu mukono gwa kabaka. Awo kabaka 16
namugamba nti Nakulaiza emirundi emeka oleme okumbulira ekigambo nekimu wabula amazima mu lya linya Mukama? Nayogera nti Ndabye 17
Isiraeri yena ngasasanide ku nsozi ngendiga ezitalina musumba: Mukama nayogera nti Abo tebalina mukama wabwe; badeyo buli muntu mu nyumbaye mirembe. Awo kabaka wa Isiraeri 18
nagamba Yekosafati nti Sikugambye nga talagule birungi eri nze wabula ebibi? Nayogera nti Kale 19
wulira ekigambo kya Mukama: ndabye Mukama ngatude ku ntebeye negye lyona eryomugulu nga baimiride gyali ku mukonogwe ogwadyo ne ku gwa kono. Mukama nayogera nti Ani anasenda- 20
senda Akabu ayambuke Eramosigireada agwe? Omu nayogera bwatyo; omulala nayogera bwatyo. Awo newafuluma omuzimu neguimirira mu maso 21
ga Mukama negwogera nti Nze namusendasenda. Mukama nagugamba nti Otya? Negwogera nti 22
Nafuluma nembera omuzimu ogwobulimba mu kamwa ka banabibe bona. Nayogera nti Gwonomusendasenda nokusobola onsobola: fuluma okole bwotyo. Kale no, laba, Mukama atade 23
omuzimu ogwobulimba mu kamwa ka banabibo bano bona; era Mukama akwogedeko akabi. Awo Zedekiya mutabani wa Kenaana nasembera 24

namukuba Mikaya oluwi, nayogera nti Omwoyo
gwa Mukama gwampitako gutya okwogera nawe?
25 Mikaya nayogera nti Laba, oliraba ku lunaku
olwo bwoliingira mu kisenge ekyomunda okwe-
26 kweka. Awo kabaka wa Isiraeri nayogera nti
Mumutwale Mikaya mumu'ze eri Amoni omukulu
27 wekibuga neri Yoasi mutabani wa kabaka; mwo-
gere nti Bwatyo bwayogera kabaka nti Olusaja
luno mumuteke mu komera mumulisenga nemere
eyokulaba enaku nama'zi agokulaba enaku,
28 okutusa lwendikomawo emirembe. Awo Mikaya
nayogera nti Okukomawo bwolikomawo emire-
mbe, Mukama nga tayogerede munze. Nayogera
nti Muwulire, mwe amawanga mwena.
29 Awo kabaka wa Isiraeri ne Yekosafati kaba-
30 ka wa Yuda nebambuka Eramosigireada. Kabaka
wa Isiraeri nagamba Yekosafati nti Nekyusa
nenyingira mu lutalo; naye gwe yambala
31 ebyambalobyo. Awo kabaka wa Isiraeri neye-
kyusa naingira mu lutalo. Awo kabaka Webusuli
yali alagide abami amakumi asatu mu babiri
abamagalige ngayogera nti Temulwana na bato
newakubade abakulu, wabula kabaka wa Isiraeri
32 yeka. Awo olwatuka abami bamagali bwebalaba
Yekosafati nebogera nti Mazima ye kabaka wa
33 Isiraeri; nebakyama okulwana naye: Yekosafati
nayogerera wagulu. Awo olwatuka abami bama-
gali bwebalaba nga siye kabaka wa Isiraeri, awo
34 nebakomawo okumugoberera. Awo newabawo
omuntu eyananula omutegogwe nga tagenderede
nalasa kabaka wa Isiraeri ebyambalobye ebye-
byuma webigatira: kyeyava agamba omugoba
wegalirye nti Kyusa omukonogwo onziye mugye;
35 kubanga nfumitidwa nyo. Olutalo nerweyongera
ku lunaku olwo: kabaka nebamukwatirira mu
galiye okulwana Nabasuli, nafa akawungezi: omu-
sai neguva mu kiwundu negukulukutira munda
36 wegali. Awo newaba okulangirwa mugye lyona

enjuba ngeyagala okugwa nga bogera nti Buli
muntu ade mu kibuga kyewabwe, era buli muntu
ade munsi yewabwe. Awo kabaka nafa nalete- 37
bwa Esamaliya ; nebamuzika kabaka mu Samali-
ya. Neboza egali awali ekidiba Ekyesamaliya ; 38
embwa nezikomba omusaigwe ; [era abenzi bana-
biranga (eyo);] ngekigambo kya Mukama bwekya-
li kyeyayogera. Era ebikolwa ebirala byona 39
ebya Akabu ne byona byeyakola nenyumba eya-
masanga gyeyazimba nebibuga byona byeyazimba
tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
gya bakabaka ba Isiraeri? Awo Akabu neyeba- 40
kira wamu ne bajajabe ; Akaziya mutabaniwe na-
fuga mu kifokye.

Awo Yekosafati mutabani wa Asa natanula 41
okufuga Yuda mu mwaka ogwokuna ogwa Akabu
kabaka wa Isiraeri. Yekosafati yali yakamaze 42
emyaka amakumi asatu mwetano bweyalya ; nafu-
gira emyaka amakumi abiri mwetano mu Yerusa-
lemi. Ne nyina erinyalye lyali Azuba muwala
wa Siriki. Awo natambuliranga mu kubo lyona 43
erya Asa kitawe ; natakyama okulivamu, ngakola
ebyali mu maso ga Mukama ebirungi: naye ebifo
ebigulumivu tebyagyibwawo ; abantu nga bakya-
werayo sadaka nebotereza obubane ku bifo ebigu-
lumivu. Era Yekosafati natabagana ne kabaka 44
wa Isiraeri. Era ebikolwa ebirala byona ebya 45
Yekosafati namanyige geyalaga era bweyalwana
tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
gya bakabaka ba Yuda? Nabalyanga ebisiyaga 46
abasigala ku mirembe gya kitawe Asa nabagyawo
munsi. Awo nga tewali kabaka mu Edomu: 47
omusigire nga ye kabaka. Yekosafati nasiba 48
malikebu Ezetalasisi ezokugenda Eyofira okuki-
nayo ezabu : naye nezitagenda ; kubanga mali-
kebu nezimenyekera Ezionigebera. Awo Akazi- 49
ya mutabani wa Akabu nagamba Yekosafati nti
Abadu bange bagende nabadubo mu malikebu.

50 Naye Yekosafati natakiriza. Yekosafati neyebakira wamu ne bajajabe nazikibwa wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi jajawe: awo Yekolamu mutabaniwe nafuga mu kifokye.
51 Akaziya mutabani wa Akabu natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya mu mwaka ogwekumi nomusanvu ogwa Yekosafati kabaka wa Yuda na-
52 fugira Isiraeri emyaka ebiri. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi natambulira mu kubo lya kitawe ne mu kubo lya nyina ne mu kubo lya Yeroboamu mutabani wa Nebati mweyayononyesa
53 Isiraeri. Nawereza Baali namusinza nasunguwaza Mukama Katonda wa Isiraeri nga byona bwebyali kitawe byeyakola.

EKITABO KYA BAKABAKA

EKYOKUBIRI.

1

1 Awo Moabu najemera Isiraeri Akabu ngamaze
2 okufa. Akaziya nagwa mu kituli ekiruke ekyali mu kisengekye ekya wagulu ekyali mu Samaliya, nalwala: natuma ababaka, nabagamba nti Mugende mulagulwe eri Baalizebubu katonda Owe-
3 keroni obanga ndiwona endwade eno. Naye malaika wa Mukama nagamba Eriya Omutisibi nti Golokoka osisinkane ababaka ba kabaka Wesamaliya, obagambe nti Kubanga tewali Katonda mu Isiraeri kyemuva mugenda okula-
4 gulwa eri Baalizebubu katonda Owekeroni? Kale no, bwatyo bwayogera Mukama nti Toliva ku
5 kitanda kyolinyeko, naye tolirema kufa. Eriya

neyegendera. Ababaka nebakomawo gyali, nabagamba nti Kiki ekibakomezawo? Nebamugamba 6
nti Wa'ze omusaja okutusisinkana natugamba nti
Mugende mudeyo eri kababa abatumye, mumugambe nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Kubanga tewali Katonda mu Isiraeri kyova otuma
okulagulwa eri Baalizebubu katonda Owekeroni?
kyoliva olema okuva ku kitanda kyolinyeko, naye
tolirema kufa. Nabagamba nti Omusaja aze 7
okubasisinkana nababulira ebigambo ebyo afananye atya? Nebamudamu nti Yali musaja wa 8
bwoya bungi, era nga yesibye olukoba olwediba
mu kiwatokye. Nayogera nti Ye Eriya Omutisibi.
Awo kabaka natuma gyali omwami watano 9
nabasajabe atano. Nayambuka gyali: awo, laba,
ngatude ku ntiko yolusozi. Nayogera naye nti
Gwe omusaja wa Katonda, kabaka ayogede nti
Serengeta. Awo Eriya nadamu nagamba omwami 10
watano nti Obanga ndi musaja wa Katonda,
omuliro guve mu gulu gwokye gwe nabasajabo
atano. Omuliro neguva mu gulu negumwokya
ye nabasajabe atano. Awo natuma nate gyali 11
omwami watano omulala nabasajabe atano. Nadamu namugamba nti Gwe omusaja wa Katonda,
bwatyo kabaka bwayogede nti Yanguwa okuserengeta. Awo Eriya nadamu nabagamba nti Obanga 12
ndi musaja wa Katonda, omuliro guve mu gulu
gwokye gwe nabasajabo atano. Omuliro gwa
Katonda neguva mu gulu negumwokya ye nabasajabe atano. Awo natuma nate omwami watano 13
abalala nabasajabe atano. Omwami watano owokusatu nayambuka naja nafukamira ku mavivige
mu maso ga Eriya, namwegairira namugamba nti
Gwe omusaja wa Katonda, nkwegairide, obulamu
bwange nobulamu bwa bano atano abadubo bube
bwa muwendo mungi mu masogo. Laba, omuliro 14
gwavude mu gulu negwokya abami batano bombi
abasose nabasaja babwe atano: naye kakano obu-

lamu bwange bube bwa muwendo mungi mu
15 masogo. Awo malaika wa Mukama namugamba
Eriya nti Serengeta naye: tomutya. Nagolokoka
16 naserengeta naye nagenda eri kabaka. Namugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti
Kubanga watuma ababaka okulagulwa eri Baalizebubu katonda Owekeroni, kubanga tewali katonda mu Isiraeri okulagulwa eri ekigambokye kyewava okola bwotyo? kyoliva olema okuva ku
17 kitanda kyolinyeko, naye tolirema kufa. Awo
nafa ngekigambo kya Mukama bwekyali Eriya
kyeyayogera. Yekolamu natanula okufuga mu
kifokye mu mwaka ogwokubiri ogwa Yekolamu
mutabani wa Yekosafati kabaka wa Yuda; ku-
18 banga tevalina mwana wa bulenzi. Era ebikolwa
ebirala byona ebya Akaziya byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
bakabaka ba Isiraeri?

2

1 Awo olwatuka Mukama bweyayagala okulinyisa
Eriya nembuyaga ezomuzimu mu gulu, Eriya
2 nagenda ne Erisa ngava Egirigali. Awo Eriya
nagamba Erisa nti Bera wano, nkwegairide;
kubanga Mukama antumye Ebeseri. Erisa nayogera nti Nga Mukama bwali omulamu nememeyo
nga bweri enamu, sija kukuleka. Awo nebasere-
3 ngeta nebaja Ebeseri. Awo abana ba banabi abali
Ebeseri nebafuluma eri Erisa, nebamugamba nti
Omanyi nga Mukama anagya mukamawo ku
mutwegwo lero? Nayogera nti Wewawo, manyi;
4 mwe musirike. Awo Eriya namugamba nti
Erisa, bera wano, nkwegairide; kubanga Mukama
antumye Eyeriko. Nayogera nti Nga Mukama
bwali omulamu nememeyo nga bweri enamu, sija
5 kukuleka. Awo nebaja Eyeriko. Awo abana ba
banabi abali Eyeriko nebasemberera Erisa neba-

mugamba nti Omanyi nga Mukama anagya
mukamawo ku mutwegwo lero? Nadamu nti
Wewawo, manyi; mwe musirike. Awo Eriya 6
namugamba nti Nkwegairide, bera wano; kubanga
Mukama antumye Eyolidani. Nayogera nti Nga
Mukama bwali omulamu nememeyo nga bweri
enamu, sija kukuleka. Awo abo bombi nebata-
mbula. Awo abasaja amakumi atano abokubana 7
ba banabi nebagenda nebaimirira okubolekera
wala nabo: abo bombi nebaimirira ku Yolidani.
Awo Eriya nadira omunagirogwe naguzinga 8
wamu nakuba ama'zi negawulibwa eruwi neruwi
nokuita nebaita bombi ku lukalu. Awo olwa- 9
tuka bwebamala okusomoka Eriya nagamba Erisa
nti Saba kyenakukolera nga sinaba kukugyibwako.
Erisa nayogera nti Nkwegairide emigabo ebiri
egyomwoyogwo gibere kunze. Nayogera nti 10
Osabye ekizibu: (naye) bwonondaba bwena-
kugyibwako kinaba bwekityo gyoli; naye bwoto-
ndabe tekibe bwekityo. Awo olwatuka nga 11
bakyatambula nga baloja, laba, (newalabika)
egali eyomuliro nembalasi ezomuliro nezibawula
bombi; Eriya nalinya mu gulu nembuyaga ezo-
muzimu. Era Erisa nakiraba nayogerera wagulu 12
nti Kitange, kitange, amagali ga Isiraeri ne-
mbalasize! Natamulaba nate: nakwata ebyamba-
lobye nabiyuzamu ebitundu bibiri. Era nalonda 13
nekyambalo kya Eriya kyasude, nadayo naimirira
ku lubalama lwa Yolidani. Nadira ekyambalo 14
kya Eriya kyasude, nakuba ama'zi nayogera nti
Aliruwiwa Mukama Katonda wa Eriya? awo
ngamaze okukuba amazi naye, negawulibwa
eruwi neruwi: Erisa nasomoka. Awo abana ba 15
banabi abali Eyeriko okumwolekera bwebamu-
laba, nebogera nti Omwoyo gwa Eriya gutula ku
Erisa. Nebaja okumusisinkana, nebavunama
wansi mu masoge. Awo nebamugamba nti Laba 16
no waliwo abasaja amakumi atano abamānyi

wamu nabadubo; tukwegairide bagende banonye mukamawo: mpozi omwoyo gwa Mukama gumusitude negumusula ku lusozi oba mu kiwonvu.
17 Nayogera nti Temutuma. Awo bwebamutairira okutusa ensonyi lwezamukwata, nayogera nti Mutume. Awo nebatuma abasaja amakumi atano; nebanonyeza enaku satu naye nebatamulaba.
18 Awo nebakomawo gyali ngakyalinda Eyeriko; nabagamba nti Sabagamba nti Temugenda?
19 Awo abasaja abomukibuga nebamugamba Erisa nti Laba, tukwegairide, awali ekibuga kino walungi nga mukama wange bwalaba: naye ama'zi tegaliko kyegagasa, nensi tekuza mere.
20 Nayogera nti Mundetere akasumbi akagya, muteke
21 omwo omunyo. Nebakaleta gyali. Nafuluma naja awali ensulo yama'zi, nasula omwo omunyo nayogera nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Mponyeza ama'zi gano; temukyavamu nate
22 lumbe newakubade obutakuza mere. Awo ama'zi negawona ne lero ngekigambo bwekyali ekya Erisa kyeyayogera.
23 Awo navayo nayambuka nagenda Ebeseri: awo ngali mu kubo ngayambuka abana abato nebava mu kibuga nebamudulira nebamugamba nti Yambuka, gwe owekiwalata; yambuka, gwe
24 owekiwalata. Nakebuka nabalaba nabakolimira mu linya lya Mukama. Edubu biri enkazi neziva mu kibira nezitagula abana amakumi ana mu
25 babiri kubo. Awo navayo nagenda eri olusozi Kalameri, navayo nakomawo Esamaliya.

3

1 Awo Yekolamu mutabani wa Akabu natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya mu mwaka ogwekumi mu munana ogwa Yekosafati kabaka wa
2 Yuda, nafugira emyaka kumi nebiri. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi; naye obuta-

fanana kitawe nokufanana nyina: kubanga ya-
gyawo empagi ya Baali kitawe gyeyakola. Naye 3
neyegata nebibi bya Yeroboamu mutabani wa
Nebati byeyayononyesa Isiraeri; teyabivamu.
Era Mesa kabaka wa Moabu yali musumba wa 4
ndiga; nawangayo eri kabaka wa Isiraeri ebyoya
byabana bendiga kasirivu nebyendiga enume
kasirivu. Naye olwatuka Akabu bweyafa kabaka 5
wa Moabu najemera kabaka wa Isiraeri. Kabaka 6
Yekolamu nava mu Samaliya mu biro ebyo, nayo-
lesa Isiraeri yena. Awo nagenda natumira 7
Yekosafati kabaka wa Yuda ngayogera nti Kabaka
wa Moabu anjemede: onotabala Moabu wamu
nange? Nayogera nti Nayambuka: nze ndi nga
gwe bwoli, abantu bange ngabantubo, embalasi
zange ngembalasizo. Nayogera nti Tunayambu- 8
ka mu kubo ki? Nadamu nti Mu kubo eryo-
mulukola lwa Edomu. Awo kabaka wa Isiraeri 9
nagenda ne kabaka wa Yuda ne kabaka wa
Edomu: nebetolola olugendo lwa naku musanvu:
songa tewali ma'zi ga gye newakubade agensolo
ezabagoberera. Awo kabaka wa Isiraeri nayogera 10
nti Zitusanze! kubanga Mukama aise bakabaka
bano abasatu okukungana okubagabula mu
mukono gwa Moabu. Naye Yekosafati nayogera 11
nti Tewali wano nabi wa Mukama tubulize muye
eri Mukama! Awo omu ku badu ba kabaka wa
Isiraeri nadamu nayogera nti Erisa mutabani wa
Safati ali wano eyafukanga ama'zi ku mikono gya
Erisa. Awo Yekosafati nayogera nti Ekigambo 12
kya Mukama kiri naye. Awo kabaka wa Isiraeri
ne Yekosafati ne kabaka wa Edomu nebaserengeta gyali. Erisa nagamba kabaka wa Isiraeri 13
nti Nfayo ki eri gwe? wegendere eri banabi ba
kitawo neri banabi ba nyoko. Kabaka wa
Isiraeri namugamba nti Neda: kubanga Mukama
aise bakabaka bano abasatu okukungana okuba-
gabula mu mukono gwa Moabu. Erisa nayogera 14

nti Nga Mukama wegye bwali omulamu gwenyi-
miririra mu masoge, mazima singa sirowoza
Yekosafati kabaka wa Yuda okubawo, sandiku-
15 tunulide so sandikulabye. Naye no ndetera
omukubi wenanga. Awo olwatuka omukubi
wenanga bweyakuba, omukono gwa Mukama
16 negumujako. Nayogera nti Bwatyo bwayogera
Mukama nti Mujuze ekiwonvu kino ensalosalo.
17 Kubanga bwatyo bwayogera Mukama nti Temu-
labe mbuyaga so temulabe nkuba, naye ekiwonvu
ekyo kinajula ama'zi: namwe munanywa, mwe
18 nebisibo byamwe nensolo zamwe. Era kino
kigambo kitono so si kikulu mu maso ga
Mukama: era aligabula Nabamoabu mu mukono
19 gwamwe. Era mulimenya buli kibuga ekiriko
enkomera na buli kibuga ekironde nemutema
buli muti omulungi nemuziba enzi'zi zona
ezama'zi nemwonona buli musiri omulungi na-
20 mainja. Awo olwatuka enkya mu kisera
ekyokuwayo ekitone awo, laba, ama'zi negaja nga
gafuluma mu kubo Eryedomu, ensi nejula ama'zi.
21 Awo Abamoabu bona bwebawulira bakabaka nga
bambuse okulwana nabo, nebakungana bona
abainza okwambala ebyokulwanyisa nokukirawo,
22 nebaimirira ku mpero. Awo nebagolokoka enkya
mu makya, enjuba neyakira ama'zi, Abamoabu
nebalaba ama'zi agabolekede nga gamyuse ngo-
23 musai: awo nebogera nti Guno gwe musai;
bakabaka tebalemye kuzikirizibwa, era base buli
muntu mune: awo no, Moabu, (mugwe) ku
24 munyago. Awo bwebatuka mu lusisira lwa
Isiraeri, Abaisiraeri nebagolokoka nebakuba
Abamoabu nokuduka nebaduka mu maso gabwe:
nebeyongerayo munsi nga bakuba Abamoabu.
25 Nebamenyamenya ebibuga; nawali omusiri omu-
lungi ogwetaka nebakasukawo buli muntu eji-
njalye newajula; nebaziba enzi'zi zona ezama'zi,
nebatema emiti gyona emirungi okutusa lwebasi-

gazawo mu Kirikalesesi amainja gamu (goka);
naye abenvumulo nebatambulatambula munsi
nebagikuba. Awo kabaka wa Moabu bweyalaba 26
olutalo nga lumuingiride, natwala naye abasaja
lusanvu abasowolanga ebitala, okuwaguza okutuka
eri kabaka wa Edomu: naye nebatainza. Awo 27
nadira mutabaniwe omuberyeberye eyandifuze
mu kifokye, namuwayo okuba ekiwebwayo ekyo-
kebwa ku bugwe. Newaba obusungu bungi eri
Isiraeri: nebamuvako nebadayo munsi yabwe.

4

Awo omukazi omu owokubakazi babana ba 1
banabi nayogerera wagulu eri Erisa ngayogera nti
Omuduwo baze yafa: era omanyi ngomuduwo
yatyanga Mukama: era owebanja aze okwetwa-
lira abana bange bombi okuba abadu. Erisa 2
namugamba nti Nakukolera ki? mbulira; olina
ki mu nyumba? Nayogera nti Omuzanawo talina
kintu mu nyumba wabula akasumbi akamafuta.
Awo nayogera nti Genda weyazike ebintu 3
ebweru mu bano bona, ebintu ebyerere; weyazike
bingiko. Awo noingira wegalire gwe ne bata- 4
banibo, o'tululire mu bintu ebyo byona; otereke
ebijude. Awo nava wali neyegalira ye ne bata- 5
banibe; bāmuletera (ebintu) natulula. Awo 6
olwatuka ebintu bwebyajula nagamba mutabaniwe
nti Ndetera nate ekintu. Namugamba nti Tewa-
kyali nate kintu. Amafuta negakoma. Awo 7
naja nabulira omusaja wa Katonda. Nayogera
nti Genda otunde amafuta osasule ebanjalyo,
ebinafikawo bikulisenga gwe ne batabanibo.

Awo olunaku lwali lumu Erisa naita nagenda 8
Esunemu eyali omukazi omukulu; namuwaliriza
okulya ku mere. Awo olwatukanga buli lweyai-
tangawo nakyamiranga omwo okulya ku mere.

9 Nagamba ba nti Laba no, ntegede ngono musaja
mutukuvu wa Katonda atuitako buli kasera.
10 Nkwegairide tuzimbe akayu ku kisenge; tumute-
kere eyo ekitanda nemeza nentebe nekyetabaza:
awo olunatukanga bwanajanga gyetuli anakya-
11 miranga omwo. Awo olunaku lwali lumu najayo
12 nakyamira munju nagalamira omwo. Nagamba
Gekazi omuduwe nti Ita Omusunamu ono. Awo
13 bweyamuita naimirira mu masoge. Namugamba
nti Mugambe no nti Laba, watujanjaba okuja-
njaba okwenkana awo; kiki ekinaba kikukolerwa?
oyagala okwogererwa eri kabaka oba eri omukulu
wegye? Nadamu nti Ntula mu bantu bange nze.
14 Nayogera nti Kale kiki ekinaba kimukolerwa?
Gekazi nadamu nti Mazima talina mwana wa
15 bulenzi ne 'ba mukade. Nayogera nti Muite.
Awo bweyamuita naimirira mu mulyango.
16 Nayogera nti Mu kisera kino ebiro bwebirida,
oliwambatira omwana owobulenzi. Nayogera nti
Neda, mukama wange, gwe omusaja wa Katonda,
17 tolimba muzanawo. Omukazi naba olubuto nazalira
omwana owobulenzi mu kisera ekyo ebiro bwe-
18 byada nga Erisa bweyamugamba. Awo omwana
bweyakula olunaku lwali lumu nafuluma nagenda
19 eri kitawe eri abakunguzi. Nagamba kitawe nti
Omutwe gwange, omutwe gwange. Nagamba omu-
20 duwe nti Musitule omutwale eri nyina. Awo bweya-
mutwala namutusa eri nyina, natula ku mavivige
21 okutusa etuntu nalyoka afa. Nalinya namugalami-
za ku kitanda kyomusaja wa Katonda, namu-
22 galira (olugi) nafuluma. Naita ba nayogera nti
Nkwegairide, mpereza omu ku badu nemu ku
ndogoi ngende mbiro eri omusaja wa Katonda
23 nkomewo. Nayogera nti Kiki ekikwagaza oku-
genda gyali lero? si lunaku lwa mwezi ogwaka-
24 boneka so si sabiti. Nayogera nti Mirembe. Awo
natandika endogoi nagamba omuduwe nti Goba
otambule; to'ta ku bigere wabula nga nkugambye.

Awo nagenda natuka eri omusaja wa Katonda ku 25
lusozi Kalameri. Awo olwatuka omusaja wa Ka-
tonda bweyamulengera ngakyali wala, nagamba
Gekazi omuduwe nti Laba, Omusunamu wuyo:
nkwegairide, duka no mbiro omusisinkane omu- 26
gambe nti Oli bulungi? balo ali bulungi? omwana
ali bulungi? Nadamu nti Bulungi. Awo bweya- 27
tuka eri omusaja wa Katonda ku lusozi, namu-
kwata ku bigere. Gekazi nasembera okumusi-
ndika; naye omusaja wa Katonda nayogera nti
Muleke: kubanga ememeye enyikade mundaye;
era Mukama akinkisi'za so tambulide. Awo 28
nayogera nti Nayagala omwana owobulenzi eri
mukama wange? sayogera nti Tonimba? Awo 29
nagamba Gekazi nti Wesibe ekimyu odire omugo
gwange mu mukonogwo wegendere: bwonosanga
omuntu yena tomulamusa; era omuntu yena bwa-
nakulamusa, tomudamu: oteke omugo gwange
ku maso gomwana. Nyina womwana nayogera 30
nti Nga Mukama bwali omulamu nememeyo nga
bweri enamu, sija kukuleka. Nagolokoka namu-
goberera. Awo Gekazi naitamu nabakulembera 31
nateka omugo ku maso gomwana; naye newataba
dobozi newakubade okuwulira. Kyeyava ako-
mawo okumusisinkana, namubulira nti Omwana
tazukuse. Awo Erisa bweyaingira mu nyumba, 32
laba, omwana ngafude era ngagalamide ku
kitandakye. Awo naingira neyegalira naye 33
bombi nasaba Mukama. Nalinya nagalamira ku 34
mwana nateka akamwake ku kamwake namasoge
ku masoge nemikonogye ku mikonogye: neyego-
lola kuye; omubiri gwomwana negubuguma.
Awo nakomawo natambula mu nyumba omulundi 35
ogumu eruwi nomulundi ogumu eruwi; nalinya
neyegolola kuye: omwana nayasimula emirundi
musanvu, omwana nazibula amaso. Naita Gekazi 36
nayogera nti Muite Omusunamu oyo. Awo
namuita. Awo ngaingide gyali nayogera nti

37 Situla omwanawo. Awo naingira navunama ku
bigerebye nakutama wansi; nasitula omwanawe
nafuluma.
38 Awo Erisa naja nate Egirigali: newaba enjala
munsi; abana ba banabi nebatula mu masoge:
nagamba omuduwe nti Tekako entamu enene,
39 ofumbire abana ba banabi enva. Awo omu nafu-
luma nagenda ku tale okunoga amaboga, nasanga
omuzabibu ogwomunsiko, nanogako amaboga
agomunsiko najuza olugoyerwe, naja nagatyemu-
latyemulira mu ntamu erimu enva: kubanga
40 tebāgamanya. Awo nebajulira abantu okulya.
Awo olwatuka bwebali nga balya kunva, nebo-
gerera wagulu nebogera nti Ai omusaja wa Ka-
tonda, mu ntamu mulimu okufa. So tebainza
41 kugiryako. Naye nayogera nti Kale mulete
obuta. Nabusula mu ntamu; nayogera nti
Mujulire abantu balye. Songa tewali kabi mu
ntamu.
42 Awo omusaja naja ngava Ebaalisalisa, naletera
omusaja wa Katonda emere eyokubiberyeberye,
emigati egya sairi amakumi abiri nebirimba
ebyengano ebibisi mu nsawoye. Nayogera nti
43 Bawe abantu balye. Awo omuduwe nayogera
Owa! nteke kino mu maso gabasaja kikumi?
Naye nayogera nti Bawe abantu balye; kubanga
bwatyo bwayogera Mukama nti Banalya nebale-
44 mwa. Awo nagiteka mu maso gabwe, nebalya
nebalemwa ngekigambo kya Mukama bwekyali.

5

1 Awo Naamani omukulu wegye lya kabaka
Webusuli yali musaja mukulu eri mukamawe
era wa kitibwa, kubanga kubwoyo Mukama yali
awade Obusuli okuwangula: era yali musaja wa
2 manyi omuzira, (naye yali) mugenge. Awo

Abasuli bali batabade bibina, nebanyaga nebagya
munsi ya Isiraeri omuwala omuto; awo nawere-
zanga muka Naamani. Awo nagamba mugolewe 3
nti Singa mukama wange ali ne nabi ali mu
Samaliya! awo yandiwonye ebigengebye. Awo 4
newaba aingira nabulira mukamawe nti Bwati
bwati bwayogede omuwala owomunsi ya Isiraeri.
Awo kabaka Webusuli nayogera nti Kale no 5
nawereza kabaka wa Isiraeri ebaluwa. Neye-
gendera natwala naye talanta kumi ezefeza
(nebitundu) kakaga ebyezabu nemiteko gyebya-
mbalo kumi. Namuletera kabaka wa Isiraeri 6
ebaluwa ngayogera nti Awo no ebaluwa eno
bweriba ngetuse gyoli, laba, nkutumide Naamani
omudu wange omuwonye ebigengebye. Awo 7
olwatuka kabaka wa Isiraeri bweyasoma ebaluwa,
nayuza ebyambalobye nayogera nti Nze Katonda
nzite era nanye, omusaja ono nokutuma nantu-
mira okuwonya omuntu ebigengebye? naye
mulowoze, mbegairide, mutegere bwanonya kya-
nananga okuyomba nange. Awo olwatuka Erisa 8
omusaja wa Katonda bweyawulira nga kabaka wa
Isiraeri ayuziza ebyambalobye natumira kabaka
ngayogera nti Lwaki okuyuza ebyambalobyo?
aje no gyendi, awo anamanya nga mu Isiraeri
mulimu nabi. Awo Naamani naja nembalasize 9
namagalige, naimirira ku lugi lwenyumba ya
Erisa. Erisa namutumira omubaka ngayogera 10
nti Genda onabe mu Yolidani emirundi musanvu,
awo omubirigwo gulida gyoli, nawe oliba mulo-
ngofu. Naye Naamani nasunguwala, neyegendera 11
nayogera nti Laba, mbade ngamba nti taleme kufu-
luma gyendi naimirira nasaba erinya lya Mukama
Katondawe naisaisa engalo awali ekifo, nawonya
omugenge. Abana ne Falifali emiga Egyedama- 12
siko tegisinga bulungi ma'zi gona aga Isiraeri?
siinza kunaba omwo nemba mulongofu? Awo
nakyuka neyegendera ngaliko ekiruwi. Awo 13

abadube nebasembera nebogera naye nti Kitange,
nabi singa akulagide okukola ekigambo ekikulu,
tewandikikoze? kale tosinge nyo bwakugambye
14 nti Naba obe mulongofu? Awo naserengeta
neyenyika mu Yolidani emirundi musanvu nge-
kigambo bwekyali ekyomusaja wa Katonda:
omubirigwe neguda nate ngomubiri gwomwana
15 omuto naba mulongofu. Awo nadayo eri omusaja
wa Katonda, ye nekibinakye kyona, naja naimi-
rira mu masoge: nayogera nti Laba no ntegede
nga tewali Katonda munsi zona wabula mu
Isiraeri: kale no, nkwegairide, tola ekirabo ku
16 muduwo. Naye nayogera nti Nga Mukama
bwali omulamu gwenyimiririra mu masoge, sitole
kyona. Namutairira okukitola; naye nagana.
17 Awe Naamani nayogera nti Oba totole, naye
nkwegairide omuduwo awebwe etaka eryetikibwa
nenyumbu biri; kubanga omuduwo takyawayo
okuva lero ebiwebwayo ebyokebwa newakubade
sadaka eri bakatonda abalala wabula eri Mukama.
18 Mukama asonyiwe omuduwo mu kigambo kino;
mukama wange bwanaingiranga mu kigwa kya
Limoni okusinzizayo neyesigama ku mukono
gwange nenkutama mu kigwa kya Limoni, bwe-
nakutamanga mu kigwa kya Limoni, Mukama
19 asonyiwenga omuduwo mu kigambo ekyo. Na-
mugamba nti Genda mirembe. Awo namuvako
natambula walako.
20 Naye Gekazi omudu wa Erisa omusaja wa
Katonda nayogera nti Laba, mukama wange aso-
nyiye Naamani ono Omusuli obutatola mu miko-
nogye ekyo kyeyaleta: nga Mukama bwali omu-
lamu, naduka nemugoberera mbereko kyenamu-
21 gyako. Awo Gekazi nagoberera Naamani. Awo
Naamani bweyalaba amugoberera, nava ku gali
22 okumusisinkana, nayogera nti Mirembe? Nayo-
gera nti Mirembe. Mukama wange antumye
ngayogera nti Laba, kakano kyebaje baje gyendi

nga bava munsi yensozi eya Eferaimu abalenzi babiri abokubana ba banabi; nkwegairide, bawe talanta ya feza nemiteko gyebyambalo ebiri. Awo Naamani nayogera nti Kiriza, otole talanta 23
biri. Namutairira, nasiba talanta biri ezefeza mu nsawo biri wamu nemiteko gyebyambalo ebiri, nabitika abadube babiri; nebazetika mu masoge. Awo bweyatuka ku lusozi, nabigya mu 24
mukono gwabwe nabitereka mu nyumba: nasindika abasaja nebegendera. Naye naingira nai- 25
mirira mu maso ga mukamawe. Erisa namugamba nti Ova wa, Gekazi? Nayogera nti Omuduwo taliko gyagenze. Namugamba nti Omutima 26
gwange tegugenze (nawe), omusaja bwakyuse okuva mu galiye okusisinkana nawe? Kye kisera okutola efeza nokutola ebyambalo nensuku zemizeituni nensuku zemizabibu nendiga nente nabadu nabazana? Kale ebigenge bya Naamani 27
binegata nawe nezaderyo emirembe gyona. Nava wali nga mugenge (atukula) ngomuzira.

6

Awo abana ba banabi nebagamba Erisa nti 1
Laba no ekifo kyetuberamu mu masogo kituinze obutono. Tukwegairide tugende eri Yolidani 2
tugyeyo buli muntu omuti, twekolere eyo ekifo ekyokuberamu. Nadamu nti Mugende. Awo 3
newaba ayogera nti Nkwegairide, kiriza ogende nabadubo. Nadamu nti Nagenda. Awo nagenda 4
nabo. Awo bwebatuka ku Yolidani, nebatema emiti. Naye omu bweyali ngatema omuti, embazi 5
negwa mu mazi: nakaba nayogera nti Zinsanze, mukama wange! kubanga ebade njazike. Omu- 6
saja wa Katonda nayogera nti Egude wa? Namulaga ekifo. Natema omuti nagusulawo nabulukusa ekyuma. Nayogera nti Gironde. Nago- 7
lola omukonogwe nagikwata.

8 Awo kabaka Webusuli nalwana ne Isiraeri;
natesa nabadube ngayogera nti Egindi yeriba
9 olusisira lwange. Omusaja wa Katonda natumira
kabaka wa Isiraeri ngayogera nti Wekume oleme
okuita egindi; kubanga eyo Abasuli gyebasere-
10 ngeta. Kabaka wa Isiraeri natuma mu kifo ekyo
omusaja wa Katonda kyamubulide ngamulabula;
11 nawonera eyo omulundi si gumu so sebiri. Awo
omutima gwa kabaka Webusuli negweralikirira
nyo olwekigambo ekyo; naita abadube nabaga-
mba nti Temuntegeze bwali kufe ali kulwa ka-
12 baka wa Isiraeri? Omu ku badube nayogera nti
Neda, mukama wange, ai kabaka; naye Erisa
nabi ali mu Isiraeri yabulira kabaka wa Isiraeri
13 ebigambo byoyogerera munjuyo gyosulamu. Na-
yogera nti Mugende mulabe gyali, ntume muki-
me. Nebamubulira nti Laba, ali mu Dosani.
14 Awo natumayo embalasi namagali negye lingi:
15 nebaja ekiro nebazingiza ekibuga. Awo omudu
womusaja wa Katonda bweyagolokoka enkya na-
fuluma, laba, egye nembalasi namagali nga bazi-
ngiziza ekibuga. Omuduwe namugamba nti Zi-
16 tusanze, mukama wange! tunakola tutya? Nadi-
mu nti Totya: kubanga abali nafe bangi okusinga
17 abali nabo. Erisa nasaba nayogera nti Mukama
wange, nkwegairide omuzibule amasoge alabe.
Awo Mukama nazibula amaso gomulenzi; nalaba:
awo, laba, olusozi nga lujude embalasi namagali
18 agomuliro agetolode Erisa. Awo bwebaserengeta
gyali Erisa nasaba Mukama nayogera nti Nkwe-
gairide, ziba amaso gabantu bano. Naziba amaso
19 gabwe ngekigambo kya Erisa bwekyali. Erisa
nabagamba nti Lino sirye kubo so ne kino sikye
kibuga: mungoberere nange nabatusa eri omusaja
20 gwemunonya. Nabatwala Esamaliya. Awo olwa-
tuka bwebatuka mu Samaliya, Erisa nayogera nti
Mukama wange, zibula amaso gabantu bano ba-
labe. Awo Mukama nazibula amaso gabwe ne

balaba; awo, laba, nga bali mu Samaliya wakati.
Awo kabaka wa Isiraeri nagamba Erisa bweyaba- 21
laba nti Kitange, mbakube? mbakube? Nadamu 22
nti Tobakuba: oyagala okukuba abo bowambye
nekitalakyo nomutegogwo? teka emere nama'zi
mu maso gabwe balye banywe bade eri mukama
wabwe. Nabatekeratekera bingi: awo bwebama- 23
la okulya nokunywa nabasindika nebagenda eri
mukama wabwe. Awo ebibina Ebyebusuli nga
tebikyaja nate munsi ya Isiraeri.

Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Benikadada 24
kabaka Webusuli nakunganya egyerye lyona, na-
yambuka nazingiza Samaliya. Awo mu Sama- 25
liya nga mulimu enjala nyingi: awo, laba, neba-
kizingiza okutusa lwebatunda omutwe gwendogoi
(olwebitundu) ebyefeza kinana, nekitundu ekyo-
kuna ekyekibya ekyobusa bwamayiba nga babutu-
nda (olwebitundu) byefeza bitano. Awo kabaka 26
wa Isiraeri bweyali ngaitawo ku bugwe, omukazi
namukabirira ngayogera nti Mbera, mukama wa-
nge, ai kabaka. Nayogera nti Mukama bwataku- 27
bere, nze nagya wa ebyokukubera? mu guliro na-
ntiki mu sogolero? Kabaka namugamba nti Oba- 28
de ki? Nadamu nti Omukazi ono yangamba nti
Wayo omwanawo owobulenzi tumulye lero era
tulirya omwana wange owobulenzi enkya. Awo 29
netufumba omwana wange netumulya: nemuga-
mba ku lunaku olwokubiri nti Wayo omwanawo
tumulye: era akwese omwanawe. Awo olwatuka 30
kabaka bweyawulira ebigambo byomukazi nayu-
za ebyambalobye; [era yali ngaitawo ku bugwe;]
abantu nebatunula, awo, laba, ngayambade ebibu-
kutu munda ku mubirigwe. Awo nayogera nti 31
Katonda ankole bwatyo nokukirawo, omutwe gwa
Erisa mutabani wa Safati bwegunabera kuye lero.
Naye Erisa natula mu nyumbaye nabakade neba- 32
tula naye; (kabaka) natuma omusaja okuva gyali:
naye omubaka nga tanatuka gyali nagamba aba-

kade nti Mulabye ono omwana womu'si bwatumye okunziyako omutwe? kale omubaka bwanaja, mugalewo olugi munyigirize olugi kuye: enswagiro
33 zebigere bya mukamawe teziri nyumawe? Awo ngakyayogera nabo, laba, omubaka naserengeta gyali: nayogera nti Laba, akabi kano kavude eri Mukama; kiki ekinaba kinindiriza nate Mukama?
7 Awo Erisa nayogera nti Muwulire ekigambo kya Mukama: bwatyo bwayogera Mukama nti Enkya bwebuliba nga kampegano ekigero kyobuta obulungi (kiritundibwa) sekeri, nebigero bibiri ebya
2 sairi sekeri mu wankaki Wesamaliya. Awo omwami kabaka gweyesigamanga ku mukonogwe namudamu omusaja wa Katonda nayogera nti Laba, Mukama bwanakola ebituli mu gulu, ekigambo ekyo kyandiinzise okubawo? Nayogera nti Laba, olikiraba namasogo, naye toliryako.
3 Awo waliwo abasaja bana abagenge awaingirirwa mu wankaki: nebagambagana nti Kiki ekitu-
4 tuza wano okutusa lwetulifa? Obanga tunagamba nti Tunaingira mu kibuga, awo enjala ngeri mu kibuga, awo tunafira omwo: era obanga tunatula wano butuzi, era tunafa. Kale no muje tusenge egye Lyabasuli: bwebanatuwonya nga balamu, awo tuliba balamu; era bwebanatuta, tuna-
5 mala gafa. Awo nebagolokoka ekiro okugenda mu lusisira Olwabasuli: awo bwebatuka ku lusisira Olwabasuli werukoma, laba, nga teriyo mu-
6 ntu. Kubanga Mukama yali awulizi'za egye Lyabasuli edobozi lyamagali nedobozi lyembalasi, edobozi lyegye eringi: nebagambagana nti Laba, kabaka wa Isiraeri atuweredeko bakabaka Babakiti
7 ne bakabaka Babamisiri okututabala. Awo nebagolokoka nebaduka kiro, nebaleka ewema zabwe nembalasi zabwe nendogoi zabwe, olusisira nga
8 bwerwali, nebaduka olwobulamu bwabwe. Awo abagenge abo bwebatuka ku lusisira werukoma, nebaingira mu wema emu nebalya nebanywa, ne-

bagyamu feza nezabu nebyambalo, nebagenda nebabikweka; nebakomawo nebaingira mu wema endala nebagya nomwo nebagenda nebakweka.
Awo nebagambagana nti Tetukola bulungi: lero 9
lunaku lwa bigambo birungi nafe tusirika: bwetunalindirira obude nebukya, tunajirwa okubonerezebwa: kale no muje tugende tubulire abomunyumba ya kabaka. Awo nebaja nebakowola 10
omugazi wekibuga: nebababulira nti Twatuse mu lusisira Lwabasuli, awo, laba, nga temuli muntu newakubade edobozi lyomuntu naye embalasi nga zisibidwa nendogoi nga zisibidwa newema nga bwezali. Awo naita abagazi; nebabulira abomu- 11
nyumba ya kabaka munda. Awo kabaka nago- 12
lokoka kiro nagamba abadube nti Kakano nabategeza Abasuli kyebatukoze. Bamanyi ngenjala etuluma; kyebavude bava mu lusisira okwekweka mu nsiko nga bogera nti Bwebanava mu kibuga tunabawamba nga balamu, netuingira mu kibuga. Awo omu ku badube nadamu nayogera nti 13
Batwale ku mbalasi ezisigade etano, nkwegairide, ezisigade mu kibuga, [laba, ziri ngekibina kyona ekya Isiraeri ekisigade mukyo; laba, ziri ngekibina kyona ekya Isiraeri ekimalidwawo:] tutume tulabe. Awo nebatwala amagali abiri nembalasi; 14
kabaka natuma okugoberera egye Lyabasuli ngayogera nti Mugende mulabe. Nebabagoberera 15
okutuka ku Yolidani: awo, laba, ekubo lyona nga lijude ebyambalo nebintu Abasuli byebasude nga banguwa. Ababaka nebakomawo nebamubulira kabaka. Awo abantu nebafuluma nebanyaga olu- 16
sisira Olwabasuli. Awo ekigero kyobuta obulungi (nebabutunda) sekeri nebigero ebya sairi bibiri sekeri ngekigambo kya Mukama bwekyali.
Awo kabaka nasawo omwami gweyesigamanga ku 17
mukonogwe okulabirira wankaki, abantu nebamulinyirira mu mulyango nafa ngomusaja wa Katonda bweyagamba eyayogera kabaka bweyasere-

18 ngeta gyali. Awo nekitukirira ngomusaja wa Katonda bweyagamba kabaka nti Ebigero ebya sairi bibiri bya sekeri nekigero kyobuta obulungi kya sekeri, bwekiriba bwekityo mu mulyango Gwesamaliya enkya bwebuliba nga kampegano;
19 omwami oyo namudamu omusaja wa Katonda nayogera nti Laba no, Mukama bwanakola ebituli mu gulu, ekigambo ekyenkanide awo kyandiinzise okubawo? nayogera nti Laba, olikiraba
20 namasogo, naye toliryako: nekitukirira gyali bwekityo; kubanga abantu nebamulinyirira mu mulyango nafa.

8

1 Era Erisa yali agambye omukazi gweyazukiriza omwanawe ngayogera nti Golokoka ogende gwe nenyumbayo obere yona yona gyoliinza okubera: kubanga Mukama aise enjala; awo nokugwa
2 erigwira kunsi emyaka musanvu. Awo omukazi nagolokoka nakola ngekigambo bwekyali ekyomusaja wa Katonda: nagenda nenyumbaye na-
3 bera munsi Yabafirisiti emyaka musanvu. Awo olwatuka emyaka omusanvu bwegyagyako, omukazi nakomawo ngava munsi Yabafirisiti: nafuluma okukabirira kabaka olwenyumbaye nekya-
4 lokye. Awo kabaka yali ngayogera ne Gekazi omudu womusaja wa Katonda ngagamba nti Nkwegairide, mbulira ebikulu byona Erisa bye-
5 yakola. Awo olwatuka bweyali ngabulira kabaka bweyazukiza oyo eyali afude, laba, omukazi gweyazukiriza omwanawe nakabirira kabaka olwenyumbaye nekyalokye. Gekazi nayogera nti Mukama wange, ai kabaka, ono ye mukazi nono
6 ye mwanawe Erisa gweyazukiza. Awo kabaka bweyabuza omukazi namubulira. Awo kabaka namutekako omumbowa omu ngayogera nti Mu-

dize byona ebyali ebibye nebibala byona ebyekyalo okuva ku lunaku kweyavira munsi ne lero.

Awo Erisa naja Edamasiko ; era Benikadada 7
kabaka Webusuli yali ngalwade ; nebamubulira nti Omusaja wa Katonda a'ze eno. Kabaka naga- 8
mba Kazaeri nti Twala ekirabo mu mukonogwo ogende osisinkane omusaja wa Katonda omubulizemu eri Mukama ngoyogera nti Ndiwona endwade eno? Awo Kazaeri nagenda okumusi- 9
sinkana natwala naye ekirabo ekyoku buli kintu kirungi ekyomu Damasiko, ebyetikibwa nengamira amakumi ana, naja naimirira mu masoge nayogera nti Omwanawo Benikadada kabaka Webusuli antumye gyoli ngayogera nti Ndiwona endwade eno? Erisa namugamba nti Genda 10
omugambe nti Tolirema kuwona ; naye Mukama antegeze'za nga talirema kufa. Namwekaliriza 11
amaso okutusa ensonyi lwezamukwata : omusaja wa Katonda nakaba amaziga. Awo Kazaeri na- 12
yogera nti Mukama wange akabira ki? Nadamu nti Kubanga manyi obubi bwolikola abana ba Isiraeri : ebigo byabwe olibyokya omuliro, nabalenzi babwe olita nekitala, era olitandagira abana babwe abato, era olibaga abakazi babwe abali embuto. Awo Kazaeri nayogera nti Naye omu- 13
duwo kye ki, ye mbwa obubwa, akole ekigambo ekyo ekikulu? Erisa nadamu nti Mukama antegezeza nga gwoliba kabaka wa Busuli. Awo na- 14
muvako Erisa naja eri mukamawe ; namugamba nti Erisa yakugamba ki? Nadamu nti Yambulira nga tolirema kuwona. Awo olwatuka enkya nadi- 15
ra ekyokwebika nakinyika mu ma'zi nakiteka ku masoge nokufa nafa : Kazaeri nafuga mu kifokye.

Awo mu mwaka ogwokutano ogwa Yolamu mu- 16
tabani wa Akabu kabaka wa Isiraeri, Yekosafati nga ye kabaka wa Yuda mu biro ebyo, Yekolamu mutabani wa Yekosafati kabaka wa Yuda natanula okufuga. Yali yakamaze emyaka amakumi 17

asatu mwebiri bweyatanula okufuga; nafugira
18 emyaka munana mu Yerusalemi. Natambulira
mu kubo lya bakabaka ba Isiraeri ngenyumba ya
Akabu bwebakolanga: kubanga yafumbirwa mu-
wala wa Akabu: nakola ebyali mu maso ga Mu-
19 kama ebibi. Naye Mukama teyayagala kuziki-
riza Yuda kulwa Daudi omuduwe nga bweyamu-
subiza okumuwa etabaza olwabanabe emirembe
20 gyona. Ku mirembegye Edomu najema okuva
wansi womukono gwa Yuda, nebekolera kabaka.
21 Awo Yolamu nasomoka nagenda Ezaira namaga-
lige gona wamu naye: nagolokoka kiro nakuba
Abedomu abamuzingiza, nabami bamagali: aba-
22 ntu nebadukira mu wema zabwe. Awo Edomu
najema okuva wansi womukono gwa Yuda ne
23 lero. Awo Libina najema mu biro ebyo. Era
ebikolwa ebirala byona ebya Yolamu ne byona
byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
24 mumirembe gya bakabaka ba Yuda? Awo Yo-
lamu neyebakira wamu ne bajajabe nazikirwa
wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi: Aka-
ziya mutabaniwe nafuga mu kifokye.
25 Mu mwaka ogwekumi nebiri ogwa Yolamu
mutabani wa Akabu kabaka wa Isiraeri Akaziya
mutabani wa Yekolamu kabaka wa Yuda nata-
26 nula okufuga. Yali yakamaze emyaka amakumi
abiri mwebiri bweyatanula okufuga; nafugira
omwaka gumu mu Yerusalemi. Ne nyina erinyalye
yali Asaliya muwala wa Omiri kabaka wa Isira-
27 eri. Natambulira mu kubo lyenyumba ya Aka-
bu nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi nge-
nyumba ya Akabu bwebakolanga: kubanga yali
28 mukodomi wa nyumba ya Akabu. Nagenda ne
Yolamu mutabani wa Akabu okulwana ne Ka-
zaeri kabaka Webusuli Eramosigireada: Abasuli
29 nebamufumita Yolamu ekiwundu. Awo kabaka
Yolamu nakomawo okuwonera Eyezereeri ebiwu-
ndu Abasuli byebamufumitira Erama bweyalwana

ne Kazaeri kabaka Webusuli Akaziya mutabani wa Yekolamu kabaka wa Yuda naserengeta okulambula Yolamu mutabani wa Akabu Eyezereeri kubanga alwade.

9

Awo Erisa nabi naita omu ku bana ba banabi 1
namugamba nti Wesibe ekimyu otwale ecupa
eno eyamafuta mu mukonogwo ogende Eramosigi-
reada. Awo bwolitukayo ononyezanga eyo Yeku 2
mutabani wa Yekosafati mutabani wa Nimisi,
oingire omugolokose ave mu bagandabe, omui-
ngize mu kisenge ekyomunda. Nolyoka odira 3
ecupa eyamafuta ogafuke ku mutwegwe oyogere
nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Nkufuseko
amafuta okuba kabaka wa Isiraeri. Nolyoka ogu-
lawo olugi oduke so tolwanga. Awo omulenzi, 4
omulenzi nabi, nagenda Eramosigireada. Awo 5
bweyatuka nasanga abami abomugye nga batude;
nayogera nti Ndiko kyentumidwa gyoli, gwe
omwami. Yeku nayogera nti Eri ani kufe fena?
Nayogera nti Eri gwe, omwami. Nagolokoka na- 6
ingira mu nyumba; nafuka amafuta ku mutwe-
gwe namugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama
Katonda wa Isiraeri nti Nkufuseko amafuta
okuba kabaka wabantu ba Mukama, owa Isiraeri.
Era olikuba enyumba ya Akabu mukamawo mpa- 7
lane egwanga lyomusai gwabadu bange banabi
nomusai gwabadu bona aba Mukama eri omukono
gwa Yezeberi. Kubanga enyumba yona eya 8
Akabu erizikirira: era ndimalawo eri Akabu buli
mwana wa bulenzi novo asibidwa novo atasibidwa
mu Isiraeri. Era ndifula enyumba ya Akabu 9
okuba ngenyumba ya Yeroboamu mutabani wa
Nebati era ngenyumba ya Baasa mutabani wa
Akiya. Nembwa ziririra Yezeberi mu musiri 10
Ogweyezereeri, so tewaliba wa kumuzika. Nagu-

11 lawo olugi naduka. Awo Yeku nafuluma naja
eri abadu ba mukamawe: newaba amugamba nti
Mirembe? kiki ekirese gyoli olusaja luno olulalu?
Nabagamba nti Omusaja mumumanyi nebigambo-
12 bye bwebyali. Nebogera nti Olimba; tubulire
no. Nayogera nti Bwati bwati bwangambye nti
Bwatyo bwayogera Mukama nti Nkufuseko ama-
13 futa okuba kabaka wa Isiraeri. Awo nebanguwa
nebadira buli muntu ekyambalokye nebakyalira
wansiwe wagulu ku madala, nebafuwa ekondere
14 nga bogera nti Yeku ye kabaka. Awo Yeku mu-
tabani wa Yekosafati mutabani wa Nimisi namwe-
kobana Yolamu. [Era Yolamu yali ngakuma La-
mosigireada, ye ne Isiraeri yena, olwa Kazaeri
15 kabaka Webusuli: naye kabaka Yolamu yali ako-
myewo okuwonera Eyezereeri ebiwundu Abasuli
byebamufumita bweyalwana ne Kazaeri kabaka
Webusuli.] Awo Yeku nayogera nti Obanga
bwemwagala bwemutyo, kale waleme okubawo
anawona nava mu kibuga okugenda okukibulira
16 mu Yezereeri. Awo Yeku natambulira mu gali
nagenda Eyezereeri; kubanga Yolamu yali aga-
lamide eyo. Era Akaziya kabaka wa Yuda yali
17 aserengese okulambula Yolamu. Awo omukumi
yali aimiride ku kigo mu Yezereeri, nalengera
ekibina kya Yeku ngaja nayogera nti Ndabye eki-
bina. Yolamu nayogera nti Dira eyebagala emba-
lasi otume okubasisinkana, ayogere nti Mirembe?
18 Awo omu nagenda nga yebagade embalasi okumu-
sisinkana nayogera nti Bwatyo bwayogera kabaka
nti Mirembe? Yeku nayogera nti Emirembe ogi-
fako ki? kyuka ode enyuma wange. Omukumi
nabulira ngayogera nti Omubaka atuse gyebali,
19 naye tada. Awo natuma owokubiri nga yebagade
embalasi, natuka gyebali nayogera nti Bwatyo
bwayogera kabaka nti Mirembe? Yeku nadamu
nti Emirembe ogifako ki? kyuka ode enyuma
20 wange. Omukumi nabulira ngayogera nti Atuse

gyebali, so tada: era entambula eri nganga entambula ya Yeku mutabani wa Nimisi; kubanga atambuza ngawulukuka. Yolamu nayogera nti 21
Muteketeke. Nebatekateka egaliye. Yolamu kabaka wa Isiraeri ne Akaziya kabaka wa Yuda nebafuluma, buli muntu mu galiye, nebafuluma okumusisinkana Yeku, nebamusanga mu musiri gwa Nabosi Omuyezereeri. Awo olwatuka Yo- 22
lamu bweyalaba Yeku nayogera nti Mirembe, Yeku? Nadamu nti Mirembe ki, obwenzi bwa nyoko Yezeberi nobulogobwe nga bukyali bungi obwenkanide awo? Yolamu nakyusa emikonogye 23
naduka nayogera nti Waliwo olukwe, gwe Akaziya. Awo Yeku nananula omutegogwe nama- 24
nyige gona nalasa Yolamu wakati wemikonogye, akasale nekaitamu nekaguka awali omutima, nagwira mu galiye. Awo (Yeku) nagamba Bida- 25
kala omwamiwe nti Musitule omusule mu musiri ogwekyalo kya Nabosi Omuyezereeri: kubanga jukira, nze nawe bwetwebagala fembi nga tugoberera Akabu kitawe, Mukama namutekako omugugu guno; nti Mazima nalabye jo omusai gwa 26
Nabosi nomusai gwabanabe, bwayogera Mukama; era ndikusasulira mu musiri guno, bwayogera Mukama. Kale no musitule omusule mu musiri ngekigambo bwekyali ekya Mukama. Naye 27
Akaziya kabaka wa Yuda bweyalaba kino, nadukira mu kubo eryomunyumba eyolusuku. Yeku namugoberera nayogera nti Mumu'tire mu gali naye: (nebamutira) awalinyirirwa okugenda Egula ekiriranye Ibireamu. Nadukira Emegido nafira eyo. Abadube nebamusitulira 28
mu gali nebamutwala Eyerusalemi, nebamuzikira mu ntanaye wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi. Awo mu mwaka ogwekumi nogumu 29
ogwa Yolamu mutabani wa Akabu Akaziya natanula okufuga Yuda.

Awo Yeku bweyatuka Eyezereeri, Yezeberi 30

nakiwulira, naziga amasoge nayonja omutwegwe
31 nalingiza mu kituli. Awo Yeku bweyali ngaingira mu mulyango, nayogera nti Mirembe, gwe
32 Zimiri, omusi wa mukamawo? Naimusa amasoge eri ekituli nayogera nti Ani ali kulwange, ani? Abalawe babiri oba basatu nebalingiza gyali.
33 Nayogera nti Mumusule wansi. Awo nebamusula wansi: omusaigwe negumansukirako ku kisenge ne ku mbalasi, namulinyirira nebigere.
34 Awo bweyaingira nalya nanywa; nayogera nti Mulabirire no omukazi ono eyakolimirwa mumu-
35 zike: kubanga mwana wa kabaka. Nebagenda okumuzika: naye nebatasangawo kuye wabula
36 ekiwanga nebigere nebibatu byemikonogye. Kyebava bakomawo nebamubulira. Naye nayogera nti Kino kye kigambo kya Mukama kyeyayogerera mu muduwe Eriya Omutisibi ngayogera nti Embwa ziririra omubiri gwa Yezeberi mu musiri
37 Ogweyezereeri: nomulambo gwa Yezeberi guliba ngobusa ku tale mu musiri Ogweyezereeri, nokwogera nebatayogera nti Ono ye Yezeberi.

10

1 Awo Akabu yalina batabanibe nsanvu mu Samaliya. Yeku nawandika ebaluwa natumira Samaliya eri abakulu Beyezereeri, be bakade, neri abo abalera (batabani ba) Akabu ngayogera
2 nti Awo no ebaluwa eno nga kyejetuke gyemuli, kubanga abana ba mukama wamwe bali namwe, era mulina amagali nembalasi, era nekibuga
3 ekiriko enkomera nebyokulwanyisa; munonye ku bana ba mukama wamwe asinga obulungi nokusana, mumuteke ku ntebe ya kitawe, mulwanirire
4 enyumba ya mukama wamwe. Naye nebatya nyo nebogera nti Laba, bakabaka abo ababiri tebaimirira mu masoge: kale fe tunaimirira

tutya? Awo omukulu wabomunyumba nomu- 5
kulu wekibuga, era nabakade nabo abalera (abana),
nebamutumira Yeku nga bogera nti Tuli badubo,
era tunakola byona byonotulagira; tetuja kufula
muntu yena kabaka: okolanga ekinaba ekirungi
mu masogo. Awo nabawandikira ebaluwa omu- 6
lundi ogwokubiri ngayogera nti Obanga muli
kulwange nemukiriza okuwulira edobozi lyange,
mutwale emitwe gyabasaja batabani ba mukama
wamwe, nemuja gyendi Eyezereeri enkya bwebu-
liba nga kampegano. Awo batabani ba kabaka
abantu nsanvu bali nabakulu bekibuga ababalera.
Awo olwatuka ebaluwa bweyatuka gyebali, ne- 7
batwala batabani ba kabaka nebabata, abantu
nsanvu, nebateka emitwe gyabwe mu bisero,
nebagiwereza ye Eyezereeri. Omubaka naja na- 8
mubulira nti Balese emitwe gya batabani ba
kabaka. Nayogera nti Mugitume entumo biri
awaingirirwa mu wankaki okutusa enkya. Awo 9
olwatuka enkya nafuluma naimirira nagamba
abantu bona nti Mwe muli batukirivu: laba,
nekobana mukama wange nemuta: naye ani ase
bano bona? Mutegere no nga ku kigambo kya 10
Mukama tekuligwa wansi na kimu Mukama
kyeyayogera ku nyumba ya Akabu: kubanga
Mukama akoze ekyo kyeyayogerera mu mudu-
we Eriya. Bwatyo Yeku nakuba nabo abasi- 11
gala ku nyumba ya Akabu mu Yezereeri naba-
kulube bona ne baganzibe ne bakabonabe oku-
tusa lwatamulekera nomu eyasigala. Awo nago- 12
lokoka neyegendera naja Esamaliya. Awo bwe-
yali ali mu kubo ku nyumba eyokusaliramu
ebyoya byendiga eyabasumba, Yeku nasanga ba- 13
ganda ba Akaziya kabaka wa Yuda, nayogera nti
Mwe muli bani? Nebadamu nti Tuli baganda
ba Akaziya: era tuserengeta okulamusa abana
ba kabaka nabana ba namasole. Nayogera nti 14
Mubakwate nga balamu. Nebabakwata nga

balamu, nebabatira ku kinya ekyenyumba eyokusaliramu ebyoya byendiga, abasaja amakumi ana mu babiri; so teyafisawo nomu kubo.

15 Awo bweyavayo nasanga Yekonadabu mutabani wa Lekabu ngaja okumusisinkana: namulamusa namugamba nti Omutimagwo mulungi ngomutima gwange bweguli eri omutimagwo? Yekonadabu nadamu nti Mulungi. Obanga mulungi, mpa omukonogwo. Namuwa omukonogwe;
16 namulinyisa gyali mu gali. Nayogera nti Jangu tugende fembi olabe obugya bwange olwa Mukama.
17 Awo nebamulinyisa mu galiye. Awo bweyatuka Esamaliya nata bona abasigalira Akabu mu Samaliya okutusa lweyamuzikiriza ngekigambo
18 kya Mukama bwekyali kyeyagamba Eriya. Awo Yeku nakunganya abantu bona nabagamba nti Akabu yawerezanga Baali katono; naye Yeku
19 anamuwereza nyo. Kale no muite gyendi banabi bona aba Baali, abamusinza bona ne bakabonabe bona; waleme okubulawo nomu: kubanga nina sadaka enkulu (gyemba mpereza) Baali; buli alibulawo taliba mulamu. Naye Yeku yakola bwatyo ngasala olukwe alyoke azikirize abasinza
20 Baali. Awo Yeku nayogera nti Mutukuze okukungana okutukuvu eri Baali. Nebakulangira.
21 Awo Yeku natuma okubunya Isiraeri yona: abasinza Baali bona nebaja nokusigala newatasigala muntu ataja. Nebaja mu nyumba ya Baali; enyumba ya Baali nejula okuva ku muzigo oku-
22 tuka ku buzīzi. Awo nagamba omukulu wenyumba eyambalirwamu nti Fulumya ebyambalo eri bona abasinza Baali. Nafulumya ebyambalo eri bo.
23 Yeku ne Yekonadabu mutabani wa Lekabu nebaingira mu nyumba ya Baali; nagamba abasinza Baali nti Munonye mulabe muleme okuba muno namwe ku badu ba Mukama, wabula abasinza Baali
24 boka. Awo nebaingira okuwayo sadaka nebiwebwayo ebyokebwa. Era Yeku yali atadewo abasaja

kinana ebweru nayogera nti Ku basaja benaleta mu
mikono gyamwe bwekunabulako nomu, (amuta)
obulamubwe bunaba mu kifo kyobulamu bwoyo.
Awo olwatuka bweyamala okuwayo ekiwebwayo 25
ekyokebwa, Yeku nagamba abambowa nabami nti
Muingire muba'te; waleme okufuluma nomu.
Nebabata nobwogi bwekitala; awo abambowa
nabami nebabasula ebweru nebagenda mu kibuga
ekyenyumba ya Baali. Awo nebagya empagi 26
ezali mu nyumba ya Baali nebazokya. Nebame- 27
nyamenya empagi ya Baali nebamenyamenya
enyumba ya Baali nebagifula ekiigo ne lero.
Bwatyo Yeku bweyazikiriza Baali okuva mu 28
Isiraeri. Era naye Yeku teyaleka kugoberera 29
bibi bya Yeroboamu mutabani wa Nebati byeya-
yononyesa Isiraeri, enyana eza zabu ezali mu
Beseri nezali mu Dani. Mukama nagamba Yeku 30
nti Kubanga okoze bulungi ngotukiriza ebiri mu
maso gange ebirungi, nokola enyumba ya Aka-
bu nga byona bwebiri ebyali mu mutima gwange,
batabanibo abemirembe egyokuna kyebaliva ba-
tula ku ntebe ya Isiraeri. Naye Yeku natasayo 31
mwoyo okutambulira mu mateka ga Mukama
Katonda wa Isiraeri nomutimagwe gwona; te-
yava mu bibi bya Yeroboamu byeyayononyesa
Isiraeri.

Mu biro ebyo Mukama natanula okukendeza 32
Isiraeri: Kazaeri nabakubira mu nsalo zona eza
Isiraeri; okuva ku Yolidani ebuvanjuba, ensi 33
yona Eyegireada, Abagada Nabaleubeni Nabama-
nase, okuva ku Aloera ekiriranye ekiwonvu kya
Alinoni, Gireada ne Basani. Era ebikolwa ebi- 34
rala byona ebya Yeku ne byona byeyakola nama-
nyige gona tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
mumirembe gya bakabaka ba Isiraeri? Yeku 35
neyebakira wamu ne bajajabe: nebamuzika mu
Samaliya. Yekoakazi mutabaniwe nafuga mu
kifokye. Era ebiro Yeku byeyafugira Isiraeri 36

mu Samaliya byali emyaka amakumi abiri mu munana.

11

1 Awo Asaliya nyina Akaziya bweyalaba omwanawe ngafude, nagolokoka nazikiriza ezade lyona
2 erya kabaka. Naye Yekoseba muwala wa kabaka Yolamu mwanyina Akaziya natwala Yoasi mutabani wa Akaziya namuba namugya mu bana ba kabaka abatibwa, ye nomuleziwe, (nabateka) mu kisenge ekyokusulamu; nebamukweka Asaliya
3 aleme okutibwa. Awo nabera naye ngakwekedwa mu nyumba ya Mukama namala emyaka mukaga: Asaliya nafuga ensi.
4 Awo mu mwaka ogwomusanvu Yekoyada natuma nakima abami bebikumi aboku Bakali nabambowa, nabaleta gyali mu nyumba ya Mukama; nalagana nabo endagano nabalaiza ekirairo mu nyumba ya Mukama, nabalaga omwana wa
5 kabaka. Awo nabalagira ngayogera nti Ekigambo kino kyemuba mukola: ekitundu kyamwe ekyokusatu abaingira ku sabiti banaba nomulimu
6 ogwokukuma enyumba ya kabaka; nekitundu ekyokusatu banaba ku mulyango Sula; nekitundu ekyokusatu banaba ku mulyango enyuma wabambowa: bwemutyo bwemunaba nomulimu ogwo-
7 kukuma enyumba nemuba lukomera. Nebibina byamwe ebibiri, bona abafuluma ku sabiti, muliba nomulimu ogwokukuma enyumba ya Mu-
8 kama okwetolola kabaka. Era munetolola kabaka enjuwi zona, buli muntu ngakute ebyokulwanyisabye mu mukonogwe; noyo anaingira mu nyiriri atibwe: era mubenga ne kabaka bwanafulu-
9 manga era bwanaingiranga. Abami bebikumi nebakola nga byona bwebiri Yekoyada kabona byalagide: nebatwala buli muntu abasajabe, abakuingira ku sabiti wamu nabokufuluma ku

sabiti, nebaja eri Yekoyada kabona. Awo kabona 10
nabawa abami bebikumi amafumu nengabo ebya-
li ebya kabaka Daudi, ebyali mu nyumba ya
Mukama. Awo abambowa nebaimirira, buli 11
muntu ngakute ebyokulwanyisabye, okuva ku
luwi lwenyumba olwadyo okutuka ku luwi lwe-
nyumba olwa kono, okulirana ekyoto nenyumba
awali kabaka enjuwi zona. Awo nafulumya 12
omwana wa kabaka namutikira engule eyobwaka-
baka (namuwa) obujulizi; nebamufula kabaka
nebamufukako amafuta; nebakuba mu ngalo
nebogera nti Kabaka abe mulamu. Awo Asaliya 13
bweyawulira oluyogano lwabambowa nolwabantu,
naja eri abantu mu nyumba ya Mukama: natu- 14
nula, awo, laba, kabaka ngaimiride awali empagi
ngengeri bweyabanga, nabami namakondere nga
baliranye kabaka; nabantu bona abensi neba-
sanyuka nebafuwa amakondere. Awo Asaliya
nayuza ebyambalobye nayogerera wagulu nti
Bujemu, bujemu. Awo Yekoyada kabona nala- 15
gira abami bebikumi abatekebwawo kugye, na-
bagamba nti Mumufulumye wakati wenyiriri;
noyo anamugoberera mumute nekitala: kubanga
kabona yayogera nti Aleme okutirwa mu nyumba
ya Mukama. Awo nebamusegulira; naita mu 16
kubo embalasi weziingirira mu nyumba ya ka-
baka: natirwa eyo.

Awo Yekoyada nalagana endagano eri Mukama 17
ne kabaka nabantu, babere abantu ba Mukama;
era eri kabaka nabantu. Awo abantu bona abo- 18
munsi nebagenda mu nyumba ya Baali, nebagi-
menyamenya; ebyotobye nebifananyibye nebabi-
menyera dala, nebatira Matani kabona wa Baali
mu maso gebyoto. Awo kabona nasawo abami
abokunyumba ya Mukama. Natwala abami 19
bebikumi Nabakali nabambowa nabantu bona
abomunsi; nebaserengesa kabaka nga bamugya
mu nyumba ya Mukama, nebaja nga bafuluma

mu kubo eryomulyango gwabambowa eri enyumba ya kabaka. Natula ku ntebe ya bakabaka.
20 Awo abantu bona abomunsi nebasanyuka, ekibuga nekiterera: nebatira Asaliya nekitala awali enyumba ya kabaka.
21 Yekoasi yali yakamaze emyaka musanvu bwe-
12 yatanula okufuga. Mu mwaka ogwomusanvu ogwa Yeku Yekoasi natanula okufuga; nafu-
gira emyaka amakumi ana mu Yerusalemi: ne
2 nyina erinyalye yali Zebiya Owebeeriseba. Ye-
koasi nakola ebyali mu maso ga Mukama ebiru-
3 ngi enakuze zona Yekoyada kabona zeyamuigiriri-
zamu. Naye ebifo ebigulumivu tebyagyibwawo: abantu nga byakyawayo sadaka nebotereza obubane ku bifo ebigulumivu.
4 Awo Yekoasi nagamba bakabona nti Efeza zona ezebintu ebitukuzibwa eziretebwa mu nyumba ya Mukama, eziitangana, efeza ezabantu buli muntu bawandikirwa, nefeza zona omuntu yena
5 zeye'tula okuleta mu nyumba ya Mukama, baka-
bona bazitwale ewabwe, buli muntu ngazigya kwabo bamanyi: awo baliziba ebituli byenyumba,
6 yona yona ekituli gyekinalabikira. Naye olwa-
tuka mu mwaka ogwamakumi abiri ogwa kabaka Yekoasi bakabona nga tebanaziba bituli bya
7 nyumba. Awo kabaka Yekoasi naita Yekoyada kabona ne bakabona (abalala) nabagamba nti Kiki ekibalobera okuziba ebituli byenyumba? kale no temweyongera kugya feza kwabo bemumanyi, naye mugisasule olwebituli byenyumba.
8 Awo bakabona nebakiriza obutagya nate feza ku bantu newakubade okuziba ebituli byenyumba.
9 Naye Yekoyada kabona nadira ebweta nawumula ekituli mu kisanikizo kyayo nagiteka ku mabali gekyoto ku luwi olwadyo ngoingira mu nyumba ya Mukama: awo bakabona abakumanga olugi nebateka omwo efeza zona ezaletebwanga mu
10 nyumba ya Mukama. Awo olwatuka bwebalaba

nga mu bweta mulimu efeza nyingi, omuwandisi wa kabaka ne kabona omukulu nebambuka, nebatereka efeza ezasangibwa mu nyumba ya Mukama mu nsawo, nebazibala. Nebabawa efeza 11
ezagerebwa mu mikono gyabo abakola emirimu abalabirira enyumba ya Mukama: nebaziwayo eri ababa'zi nabazimbi abakola emirimu gyenyumba ya Mukama, neri abazimbi bamainja nabatema 12
amainja nolwokugula emiti namainja amabaje okuziba ebituli byenyumba ya Mukama, nolwa byona ebyajirira enyumba okugidabiriza. Naye 13
obuleku obwefeza nebisalako ebisiriza nebibya namakondere nebintu byona ebyezabu oba ebintu ebyefeza tebyakolerwa nyumba ya Mukama nefeza ezaletebwa mu nyumba ya Mukama: kubanga 14
ezo nebaziwa abo abakola emirimu, era nebadabiriza nazo enyumba ya Mukama. Era tebaba- 15
lirira muwendo eri abasaja bebawa efeza mu mukono gwabwe okubawa abo abakola emirimu: kubanga bakolanga nobwesigwa. Efeza ezebiwe- 16
bwayo olwomusango nefeza ezebiwebwayo olwokwonona tezaletebwa mu nyumba ya Mukama: zabanga za bakabona.

Awo Kazaeri kabaka Webusuli navambuka 17
nalwana ne Gasi nakimenya: Kazaeri nateka amasoge okwambuka Eyerusalemi. Awo Yekoasi 18
kabaka wa Yuda nadira ebintu byona ebyatukuzibwa, Yekosafati ne Yekolamu ne Akaziya bajajabe bakabaka ba Yuda byebawonga, nebintubye ye ebyatukuzibwa nezabu yona eyalabika mu byobugaga ebyomunyumba ya Mukama nebyomunyumba ya kabaka, nabiwereza Kazaeri kabaka Webusuli: nava ku Yerusalemi. Era ebi- 19
kolwa ebirala byona ebya Yoasi ne byona byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Yuda? Abadube neba- 20
golokoka nebekobana nebamutira Yoasi awali enyumba Eyemiro (ku kubo) eriserengeta Esira.

21 Kubanga Yozakala mutabani wa Simeasi ne Yekozabada mutabani wa Somera, abadube nebamufumita nafa; nebamuzikira wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi: Amaziya mutabaniwe nafuga mu kifokye.

13

1 Mu mwaka ogwamakumi abiri mwesatu ogwa Yoasi mutabani wa Akaziya kabaka wa Yuda Yekoakazi mutabani wa Yeku natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya (nafugira) emyaka kumi
2 nomusanvu. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi nagoberera ebibi bya Yeroboamu mutabani wa Nebati byeyayononyesa Isiraeri;
3 teyabivamu. Obusungu bwa Mukama nebwakira Isiraeri, nabagabula mu mukono gwa Kazaeri kabaka Webusuli ne mu mukono gwa Beni-
4 kadada enaku zona. Awo Yekoakazi namwegairira Mukama, Mukama namuwulira: kubanga yalaba okujogebwa kwa Isiraeri kabaka Webu-
5 suli bweyabajoga. [Awo Mukama nawa Isiraeri omulokozi nokuva nebava wansi womukono Gwabasuli: abana ba Isiraeri nebabera mu wema
6 zabwe ngoluberyeberye. Naye nebatava mu bibi byenyumba ya Yeroboamu byeyayononyesa Isiraeri, naye nebatambulira omwo: ne Basera nebasi-
7 gala mu Samaliya.] Kubanga teyalekera Yekoakazi ku bantu wabula abasaja abebagala embalasi amakumi atano namagali kumi nabatambula nebigere kakumi; kubanga kabaka Webusuli nabazi-
8 kiriza, nabafula ngenfufu eyomuguliro. Era ebikolwa ebirala byona ebya Yekoakazi ne byona byeyakola namanyige tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri?
9 Yekoakazi neyebakira wamu ne bajajabe; nebamuzika mu Samaliya: Yoasi mutabaniwe nafuga mu kifokye.

Mu mwaka ogwamakumi asatu mu musanvu 10
ogwa Yoasi kabaka wa Yuda Yekoasi mutabani
wa Yekoakazi natanula okufuga Isiraeri mu
Samaliya, (nafugira) emyaka kumi nomukaga.
Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi; 11
teyava mu bibi byona ebya Yeroboamu mutabani
wa Nebati byeyayononyesa Isiraeri: naye nata-
mbulira omwo. Era ebikolwa ebirala byona ebya 12
Yoasi ne byona byeyakola namanyige geyalwa-
nyisa ne Amaziya kabaka wa Yuda tebyawandi-
kibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
bakabaka ba Isiraeri? Yoasi neyebakira wamu 13
ne bajajabe; Yeroboamu natula ku ntebeye:
Yoasi nazikirwa mu Samaliya wamu ne bakabaka
ba Isiraeri.

Awo Erisa yali alwade endwadeye eyamuta: 14
Yoasi kabaka wa Isiraeri naserengeta gyali
namukabira amaziga nayogera nti Kitange,
kitange, amagali ga Isiraeri nabasajabe abebagala
embalasi! Erisa namugamba nti Dira omutego 15
nobusale: nadira omutego nobusale. Nagamba 16
kabaka wa Isiraeri nti Teka omukonogwo ku
mutego: nagutekako omukono. Erisa nateka
emikonogye ku mikono gya kabaka. Nayogera 17
nti Gulawo ekituli ekyebuvanjuba: nakigulawo.
Awo Erisa nayogera nti Lasa: nalasa. Nayogera
nti Akasale ka Mukama akobulokozi, ke kasale
akobulokozi eri Obusuli: kubanga olikuba Aba-
suli mu Afeka okutusa lwolibamalawo. Nayogera 18
nti Dira obusale: nabudira. Nagamba kabaka
wa Isiraeri nti Kuba ku taka: nakuba emirundi
esatu nalekera awo. Omusaja wa Katonda 19
namusunguwalira nayogera nti Wandikubye
emirundi etano oba mukaga; awo wandikubye
Obusuli okutusa lwewandibuzikiri'za: naye
kakano olikuba Obusuli emirundi esatu gyoka.

Awo Erisa nafa nebamuzika. Era ebibina 20
Byabamoabu nebazindanga ensi omwaka bwe-

21 gwaingiranga. Awo olwatuka bwebali nga bazika
omusaja, awo, laba, nebalaba ekibina; nebasula
omusaja mu ntana ya Erisa: awo omusaja nga
kyajakome ku magumba ga Erisa, nalama naimi-
rira nebigere.
22 Kazaeri kabaka Webusuli najogera Isiraeri
23 emirembe gyona egya Yekoakazi. Naye Mukama
nabakwatirwa ekisa nabasasira nasayo omwoyo
eri bo, olwendaganoye gyeyalagana ne Ibulaimu
ne Isaka ne Yakobo, natayagala kubazikiriza, so-
nga tanaba kubagoba mu masoge mu biro ebyo.
24 Awo Kazaeri kabaka Webusuli nafa; Benikadada
25 mutabaniwe nafuga mu kifokye. Awo Yekoasi
mutabani wa Yekoakazi nagya nate mu mukono
gwa Benikadada mutabani wa Kazaeri ebibuga
byeyali agye mu mukono gwa Yekoakazi kitawe
ngalwana. Yoasi namukuba emirundi esatu,
nakomyawo ebibuga bya Isiraeri.

14

1 Mu mwaka ogwokubiri ogwa Yoasi mutabani
wa Yoakazi kabaka wa Isiraeri Amaziya muta-
bani wa Yoasi kabaka wa Yuda natanula okufuga.
2 Yali yakamaze emyaka amakumi abiri mwetano
bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi
abiri mu mwenda mu Yerusalemi: ne nyina
3 erinyalye yali Yekoadini Oweyerusalemi. Nakola
ebyali mu maso ga Mukama ebirungi, naye nga
tamwenkana Daudi kitawe: yakola nga byona
4 bwebyali Yoasi kitawe byeyakolanga. Naye ebifo
ebigulumivu tebyagyibwawo: abantu nga bakya-
wayo sadaka era nga botereza obubane ku bifo
5 ebigulumivu. Awo olwatuka obwakabaka nga
kyebuje bunyuwezebwe mu mukonogwe nalyoka
6 ata abadube abata kabaka kitawe: naye abana
babasi teyabata: ngebyo bwebiri ebyawandikibwa

mu kitabo ekyamateka ga Musa, nga Mukama bweyalagira ngayogera nti Bakitabwe tebatibwanga kulwa bana, so nabana tebatibwanga kulwa bakitabwe ; naye buli muntu anafanga olwokwonakwe ye. Ku Edomu natirako kakumi mu Kiwonvu Ekyomunyo, namenya Sera ngalwana, nakituma erinya lyakyo Yokiseeri ne lero. 7

Awo Amaziya natuma ababaka eri Yekoasi mutabani wa Yekoakazi mutabani wa Yeku kabaka wa Isiraeri ngayogera nti Jangu tulabagane namaso. Awo Yekoasi kabaka wa Isiraeri natumira Amaziya kabaka wa Yuda ngayogera nti Omwenyango ogwali ku Lebanoni gwatumira omuvule ogwali ku Lebanoni nga gwogera nti Muwe muwalawo mutabani wange amufumbirwe: awo ensolo eyomunsiko eyali ku Lebanoni neitawo nerinyirira omwenyango. Mazima okubye Edomu, nomutimagwo gukugulumiziza : okyenyumiririzemu obere eka ; kubanga lwaki okweingiza mu bitali bibyo nofirwa, nogwa gwe ne Yuda wamu nawe ? Naye Amaziya natakiriza kuwulira. Awo Yekoasi kabaka wa Isiraeri natabala ; ye ne Amaziya kabaka wa Yuda nebalabaganira namaso Ebesisemesi ekya Yuda. Yuda nagobebwa mu maso ga Isiraeri ; nebadukira buli muntu mu wemaye. Awo Yekoasi kabaka wa Isiraeri nawamba Amaziya kabaka wa Yuda mutabani wa Yekoasi mutabani wa Akaziya Ebesisemesi, naja Eyerusalemi namenyamenya bugwe wa Yerusalemi okuva ku mulyango gwa Eferaimu okutuka ku mulyango ogwokunsonda, emikono ebikumi bina. Nanyaga ezabu nefeza yona nebintu byona ebyalabika mu nyumba ya Mukama ne mu byobugaga ebyomunyumba ya kabaka, era nemisingo nabo, nadayo Esamaliya. Era ebikolwa ebirala byona ebya Yekoasi byeyakola namanyige era bweyalwana ne Amaziya kabaka wa Yuda tebyawandikibwa mu kitabo 8 9 10 11 12 13 14 15

ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri?
16 Yekoasi neyebakira wamu ne bajajabe, nazikirwa
mu Samaliya wamu ne bakabaka ba Isiraeri;
Yeroboamu mutabaniwe nafuga mu kifokye.
17 Awo Amaziya mutabani wa Yoasi kabaka wa
Yuda namala emyaka kumi netano Yekoasi mu-
tabani wa Yekoakazi kabaka wa Isiraeri ngamaze
18 okufa. Era ebikolwa ebirala byona ebya Amazi-
ya tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumi-
19 rembe gya bakabaka ba Yuda? Nebamwekobanira
mu Yerusalemi; nadukira Erakisi: naye neba-
tuma Erakisi okumugoberera nebamutira eyo.
20 Nebamuletera ku mbalasi: nazikirwa mu Yeru-
salemi wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi.
21 Awo abantu bona aba Yuda nebatwala Azaliya
eyali yakamaze emyaka kumi nomukaga, neba-
22 mufula kabaka mu kifo kya kitawe Amaziya. Ye
yazimba Erasi naki'za eri Yuda, kabaka ngamaze
okwebakira awamu ne bajajabe.
23 Mu mwaka ogwekumi netano ogwa Amaziya
mutabani wa Yoasi kabaka wa Yuda Yeroboamu
mutabani wa Yoasi kabaka wa Isiraeri natanula
okufuga mu Samaliya, (nafugira) emyaka amakumi
24 ana mu gumu. Nakola ebyali mu maso ga Mukama
ebibi: teyava mu bibi byona ebya Yeroboamu
mutabani wa Nebati byeyayononyesa Isiraeri.
25 Yazayo ensalo ya Isiraeri okuva awaingirirwa
Ekamasi okutuka ku nyanja eya Alaba, nge-
kigambo bwekyali ekya Mukama Katonda wa
Isiraeri kyeyayogerera mu mukono gwomuduwe
Yona mutabani wa Amitai nabi Owegasikefera.
26 Kubanga Mukama nalaba okubonyabonyezebwa
kwa Isiraeri nga kuzibu nyo: kubanga tewali
eyasibibwa newakubade atasibibwa, songa tewali
27 mubezi eri Isiraeri. Mukama natayogera nga-
lisangula erinya lya Isiraeri okuva wansi wegulu:
naye nabalokolera mu mukono gwa Yeroboamu
28 mutabani wa Yoasi. Era ebikolwa ebirala byona

ebya Yeroboamu ne byona byeyakola namanyige
bweyalwana ne bweyakomezawo Isiraeri Damasiko
ne Kamasi (ebyabanga ebya) Yuda, tebyawandi-
kibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya baka-
baka ba Isiraeri? Yeroboamu neyebakira wamu 29
ne bajajabe, be bakabaka ba Isiraeri; Zekaliya
mutabaniwe nafuga mu kifokye.

15

Mu mwaka ogwamakumi abiri mu musanvu 1
ogwa Yeroboamu kabaka wa Isiraeri Azaliya
mutabani wa Amaziya kabaka wa Yuda natanula
okufuga. Yali yakamaze emyaka kumi nomukaga 2
bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi
atano mwebiri mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye
yali Yekoliya Oweyerusalemi. Nakola ebyali mu 3
maso ga Mukama ebirungi nga byona bwebiri
kitawe Amaziya byeyakolanga. Naye ebifo 4
ebigulumivu tebyagyibwawo: abantu nga bakya-
wayo sadaka era nga botereza obubane ku bifo
ebigulumivu. Awo Mukama nalwaza kabaka 5
nokugengewala nagengewala okutusa ku lunaku
kweyafira, nasulanga mu nyumba eyayawulwa.
Era Yosamu mutabani wa kabaka ye yali saba-
kaki ngasalira abantu abomunsi emisango. Era 6
ebikolwa ebirala byona ebya Azaliya ne byona
byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
mumirembe gya bakabaka ba Yuda? Azaliya 7
neyebakira wamu ne bajajabe; nebamuzikira
wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi: Yosamu
mutabaniwe nafuga mu kifokye.

Mu mwaka ogwamakumi asatu mu munana 8
ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Zekaliya mutabani
wa Yeroboamu nafugira Isiraeri mu Samaliya
emyezi mukaga. Nakola ebyali mu maso ga 9
Mukama ebibi nga bajajabe bwebakolanga: teyava
mu bibi bya Yeroboamu mutabani wa Nebati

10 byeyayononyesa Isiraeri. Awo Salumu mutabani
wa Yabesi namwekobana namufumitira mu maso
11 gabantu namuta, nafuga mu kifokye. Era ebikolwa
ebirala byona ebya Zekaliya, laba, byawandikibwa
mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba
12 Isiraeri. Ekyo kye kyali ekigambo kya Mukama
kyeyagamba Yeku nti Batabanibo balitusa emi-
rembe egyokuna okutula ku ntebe ya Isiraeri.
Era nekitukirira bwekityo.

13 Awo Salumu mutabani wa Yabesi natanula
okufuga mu mwaka ogwamakumi asatu mu
mwenda ogwa Uziya kabaka wa Yuda; nafugira
14 ebanga eryomwezi mu Samaliya. Awo Menakemu
mutabani wa Gadi nayambuka ngava Etiriza naja
Esamaliya nafumitira Salumu mutabani wa Yabesi
15 mu Samaliya, namuta nafuga mu kifokye. Era
ebikolwa ebirala byona ebya Salumu nokwekobakwe kweyekoba, laba, byawandikibwa mu
kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba
16 Isiraeri. Awo Menakemu nakuba Tifisa ne bona
abakirimu, nensalo zakyo okuva Etiriza: kubanga
tebamugulirawo, kyeyava akikuba; abakazi bona
abakirimu abali embuto nababaga.

17 Mu mwaka ogwamakumi asatu mu mwenda
ogwa Azaliya kabaka wa Yuda Menakemu muta-
bani wa Gadi natanula okufuga Isiraeri, (nafugira)
18 emyaka kumi mu Samaliya. Nakola ebyali mu
maso ga Mukama ebibi: enakuze zona nga tava
mu bibi bya Yeroboamu mutabani wa Nebati
19 byeyayononyesa Isiraeri. Puli kabaka Webwasuli
natabala ensi; Menakemu nawa Puli talanta za
feza lukumi, omukonogwe gubere naye okunyuweza
20 obwakabaka mu mukonogwe. Menakemu naso-
loza efeza ku Isiraeri ku basaja bona abagaga, ku
buli musaja feza sekeri amakumi atano, okuwa
kabaka Webwasuli. Awo kabaka Webwasuli
21 nadayo natabera eyo munsi. Era ebikolwa ebirala
byona ebya Menakemu ne byona byeyakola

tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
gya bakabaka ba Isiraeri? Menakemu neyebakira 22
wamu ne bajajabe; Pekakiya mutabaniwe nafuga
mu kifokye.

Mu mwaka ogwamakumi atano ogwa Azaliya 23
kabaka wa Yuda Pekakiya mutabani wa Mena-
kemu natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya,
(nafugira) emyaka ebiri. Nakola ebyali mu maso 24
ga Mukama ebibi: teyava mu bibi bya Yero-
boamu mutabani wa Nebati byeyayononyesa
Isiraeri. Awo Peka mutabani wa Lemaliya 25
omwamiwe namwekobana namufumitira mu
Samaliya mu kigo ekyomunyumba ya kabaka
wamu ne Aligobu ne Aliye; era abasaja amakumi
atano aboku Bagireada nebaba wamu naye: namuta
nafuga mu kifokye. Era ebikolwa ebirala byona 26
ebya Pekakiya ne byona byeyakola, laba, byawa-
ndikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
bakabaka ba Isiraeri.

Mu mwaka ogwamakumi atano mwebiri ogwa 27
Azaliya kabaka wa Yuda Peka mutabani wa
Lemaliya natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya,
(nafugira) emyaka amakumi abiri. Nakola ebyali 28
mu maso ga Mukama ebibi: teyava mu bibi bya
Yeroboamu mutabani wa Nebati byeyayononyesa
Isiraeri. Ku mirembe gya Peka kabaka wa 29
Isiraeri Tigirasipiresera kabaka Webwasuli naja
namenya Iyoni ne Aberibesimaaka ne Yanoa ne
Kedesi ne Kazola ne Gireada ne Galiraya, ensi
yona eya Nafutali; nabatwala nga basibe Ebwa-
suli. Awo Kosea mutabani wa Era namweko- 30
bana Peka mutabani wa Lemaliya, namufumita
namuta nafuga mu kifokye mu mwaka ogwama-
kumi abiri ogwa Yosamu mutabani wa Uziya.
Era ebikolwa ebirala byona ebya Peka ne byona 31
byeyakola, laba, byawandikibwa mu kitabo eky-
ebyomumirembe gya bakabaka ba Isiraeri.

Mu mwaka ogwokubiri ogwa Peka mutabani 32

wa Lemaliya kabaka wa Isiraeri Yosamu mutabani wa Uziya kabaka wa Yuda natanula okufuga.
33 Yali yakamaze emyaka amakumi abiri mwetano bweyatanula okufuga; nafugira emyaka kumi nomukaga mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye
34 yali Yerusa muwala wa Zadoka. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebirungi: yakola nga byona
35 bwebiri kitawe Uziya byeyakola. Naye ebifo ebigulumivu tebyagyibwawo: abantu nga bakyawayo sadaka era nga botereza obubane ku bifo ebigulumivu. Nazimba omuzigo ogwengulu
36 ogwomunyumba ya Mukama. Era ebikolwa ebirala byona ebya Yosamu ne byona byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
37 gya bakabaka ba Yuda? Mu biro ebyo Mukama mweyatanulira okusindika Lezini kabaka Webusuli ne Peka mutabani wa Lemaliya okulwana
38 ne Yuda. Awo Yosamu neyebakira wamu ne bajajabe nazikirwa wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi kitawe: Akazi mutabaniwe nafuga mu kifokye.

16

1 Mu mwaka ogwekumi nomusanvu ogwa Peka mutabani wa Lemaliya Akazi mutabani wa Yosa-
2 mu kabaka wa Yuda natanula okufuga. Akazi yali yakamaze emyaka amakumi abiri bweyatanula okufuga; nafugira emyaka kumi nomukaga mu Yerusalemi: natakola ebyali mu maso ga Mukama Katondawe ebirungi nga Daudi kitawe.
3 Naye natambulira mu kubo lya bakabaka ba Isiraeri, nokuisa naisa mutabaniwe mu muliro ngebyemizizo bwebyali ebyabamawanga Mukama
4 beyagoba mu maso gabana ba Isiraeri. Nawangayo sadaka nayotereza obubane ku bifo ebigulumivu
5 ne ku nsozi ne wansi wa buli muti omubisi. Awo Lezini kabaka Webusuli ne Peka mutabani wa

Lemaliya kabaka wa Isiraeri nebambuka Eyerusalemi okulwana: nebamuzingiza Akazi, naye nebatainza kumuwangula. Mu biro ebyo Lezini 6
kabaka Webusuli mweyakomerezawo Obusuli Erasi nagoba Abayudaya mu Erasi: Abasuli nebaja Eyerasi nebabera eyo ne lero. Awo Akazi 7
natumira Tigirasipiresera kabaka Webwasuli ababaka ngayogera nti Nze ndi muduwo era ndi mwanawo: yambuka omponye mu mukono gwa kabaka Webusuli ne mu mukono gwa kabaka wa Isiraeri abangolokokedeko. Awo Akazi nadira 8
ezabu nefeza ezalabika mu nyumba ya Mukama ne mu byobugaga ebyomunyumba ya kabaka, nabiwereza kabaka Webwasuli okuba ekirabo. Awo kabaka Webwasuli namuwulira: kabaka 9
Webwasuli natabala Damasiko nakimenya, natwala (abayo) nga basibe Ekira, nata Lezini. Awo 10
kabaka Akazi nagenda Edamasiko okusisinkana ne Tigirasipiresera kabaka Webwasuli, nalaba ekyoto ekyali Edamasiko: kabaka Akazi nawereza Uliya kabona embala yekyoto nengeri yakyo ngomulimu gwakyo gwona bwegwali. Awo Uliya 11
kabona nazimba ekyoto: nga byona bwebyali kabaka Akazi byeyawereza ngaima Edamasiko bwatyo Uliya kabona bweyakikola kabaka Akazi akisange ngavude Edamasiko. Awo kabaka bwe- 12
yaja okuva Edamasiko, kabaka nalaba ekyoto: kabaka nasemberera ekyoto nawerayo kukyo sadaka. Nayokya ekyo kyeyawayo ekyokebwa 13
nekyo kyeyawayo ekyobuta nafuka ekyo kyeyawayo ekyokunywa, namansira omusai gwebyo byeyawayo olwemirembe ku kyoto. Era ekyoto 14
ekyekikomo ekyali mu maso ga Mukama nakigya mu bwenyi bwenyumba wakati wekyotokye nenyumba ya Mukama, nakiteka ku luwi olwobukika obwa kono olwekyotokye. Awo kabaka 15
Akazi nalagira Uliya kabona ngayogera nti Oyokeranga ku kyoto ekinene ekiwebwayo

ekyokekbwa ekyenkya nekiwebwayo ekyobuta ekyakawungezi nekiwebwayo ekyokekbwa ekya kabaka nekikye ekiwebwayo ekyobuta, wamu nekiwebwayo ekyokekbwa ekyabantu bona abomunsi nekyabwe ekiwebwayo ekyobuta nebyabwe ebiwebwayo ebyokunywa; omansirangako omusai gwona ogwekiwebwayo ekyokekbwa nomusai gwona ogwa sadaka: naye ekyoto ekyekikomo kinabanga kya kulagulirako gyendi.
16 Bwatyo Uliya kabona nakola nga byona bwe-
17 byali kabaka Akazi byeyalagira. Awo kabaka Akazi nasalako emigo gyentebe nagya ekinabirwamu kuzo; nasa enyanja ngagigya kunte ezebikomo ezali wansi wayo, nagiteka ku mainja
18 amalire. Nekubo eryabikibwako erya sabiti lyebali bazimbye mu nyumba nomuzigo gwa kabaka ebweru nalyetoloza enyumba ya Mukama
19 olwa kabaka Webwasuli. Era ebikolwa ebirala byona ebya Akazi byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba
20 Yuda? Akazi neyebakira wamu ne bajajabe nazikirwa wamu ne bajajabe mu kibuga kya Daudi: Kezekiya mutabaniwe nafuga mu kifokye.

17

1 Mu mwaka ogwekumi nebiri ogwa Akazi kabaka wa Yuda Kosea mutabani wa Era natanula okufuga Isiraeri mu Samaliya, (nafugira) emyaka
2 mwenda. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi, era naye nga tabenkana bakabaka ba Isira-
3 eri abamusoka. Salimanesera kabaka Webwasuli namutabala; Kosea nafuka muduwe namulete-
4 ranga ebirabo. Kabaka Webwasuli nalaba olukwe mu Kosea; kubanga yali atumide So kabaka Wemisiri ababaka, natawa kabaka Webwasuli kirabo nga bweyakolanga buli mwaka: kabaka

Webwasuli kyeyava amuteka mu komera namusiba. Awo kabaka Webwasuli natabala ensi yona 5
nayambuka Esamaliya nakizingiriza emyaka esatu.
Mu mwaka ogwomwenda ogwa Kosea kabaka We- 6
bwasuli namenya Samaliya, natwalira dala Isiraeri Ebwasuli, nabateka mu Kala ne mu Kabola (ku) muga Ogwegozani ne mu bibuga Ebyabamedi.
Awo nekiba bwekityo kubanga abana ba Isiraeri 7
bali bononye Mukama Katonda wabwe eyabagya munsi Yemisiri okuva wansi womukono gwa Falao kabaka Wemisiri, nebatya bakatonda abalala, nebatambulira mu mateka gamawanga Mu- 8
kama geyagoba mu maso gabana ba Isiraeri ne mu ga bakabaka ba Isiraeri, gebateka. Era abana ba 9
Isiraeri nebakola kyama ebigambo ebitali birungi eri Mukama Katonda wabwe, nebezimbira ebifo ebigulumivu mu bibuga byabwe byona, mu kigo ekyomukumi era ne mu kibuga ekiriko enkomera.
Era nebesimbira empagi ne Basera ku buli lusozi 10
oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi: nebo- 11
terereza eyo obubane ku bifo byona ebigulumivu ngamawanga bwegakolanga Mukama geyagyawo okubasoka; nebakola ebyekyejo okusunguwaza Mukama: nebawereza ebifananyi Mukama bye- 12
yabagambako nti Temukolanga kigambo kino.
Era naye Mukama nategereza Isiraeri ne Yuda 13
mu mukono gwa buli nabi nogwa buli mulabi ngayogera nti Mukyuke muve mu makubo gamwe amabi mukwate ebiragiro byange namateka gange ngamateka gona bwegali genalagira bajaja bamwe era genabawereza mu mukono gwabadu bange banabi. Era naye nebataganya kuwulira naye 14
nebakakanyaza ensingo yabwe ngensingo ya bajaja babwe abatakiriza Mukama Katonda wabwe.
Nebagana amatekage nendaganoye gyeyalagana ne 15
bajaja babwe nebyo byeyategeza gyebali; nebagoberera ebirerya nebafuka ba birerya, nebagoberera amawanga agabetolode, Mukama geyabakuti-

16 rako baleme okukola okubafanana. Awo nebaleka
ebiragiro byona ebya Mukama Katonda wabwe,
nebekolera ebifananyi ebisanuse, enyana biri, neba-
kola Asera, nebasinza egye lyona eryomugulu,
17 nebawereza Baali. Nebaisa abana babwe abobu-
lenzi nabobuwala mu muliro, nebakola ebyobu-
fumu nebyobulogo, nebetunda okukola ebyali mu
18 maso ga Mukama ebibi, okumusunguwaza. Mu-
kama kyeyava asunguwalira enyo Isiraeri nabagya
mu masoge: tewali eyasigala wabula ekika kya
19 Yuda kyoka. Era ne Yuda nebatakwata biragiro
bya Mukama Katonda wabwe, naye nebatambu-
20 lira mu mateka ga Isiraeri gebateka. Mukama
nagana ezade lyona erya Isiraeri nababonyabonya
nabagabula mu mukono gwabanyazi okutusa lwe-
21 yabagoba mu masoge. Kubanga yayuza Isiraeri
okubagya ku nyumba ya Daudi; nebafula Yero-
boamu mutabani wa Nebati kabaka: Yeroboamu
nagoba Isiraeri obutagoberera Mukama, nabono-
22 nyesa okwonona okunene. Awo abana ba Isiraeri
nebatambulira mu bibi byona ebya Yeroboamu
23 byeyakola; tebabivamu; okutusa Mukama lweya-
gya Isiraeri mu masoge nga bweyayogera nomu-
kono gwabadube bona banabi. Awo Isiraeri ne-
batwalirwa dala okuva munsi yabwe mu Bwasuli
ne lero.

24 Awo kabaka Webwasuli naleta abantu ngabagya
Ebabuloni ne Kusa ne Ava ne Kamasi ne Sefa-
vaimu, nabateka mu bibuga Ebyesamaliya mu
kifo kyabana ba Isiraeri: nebalya Samaliya
25 nebatula mu bibuga byayo. Awo olwatuka bwe-
basoka okutula omwo nebatatya Mukama: Mu-
kama kyeyava asindika mubo empologoma neziba-
26 tako abamu. Kyebava bagamba kabaka Webwa-
suli nga bogera nti Amawanga gewatwalira dala
nobateka mu bibuga Ebyesamaliya tebamanyi
mpisa ya Katonda owomunsi: kyeyava asindika
mubo empologoma, era, laba, zibata kubanga teba-

manyi mpisa ya Katonda owomunsi. Awo kabaka 27
Webwasuli nalagira ngayogera nti Mutwaleyo omu
ku bakabona bemwagyayo, bagende babere eyo,
abaigirize empisa ya Katonda owomunsi. Awo 28
omu ku bakabona bebagya mu Samaliya naja
nabera Ebeseri nabaigiriza bwekibagwanira oku-
tya Mukama. Naye buli gwanga nebekolera 29
bakatonda babwe bo nebabateka mu nyumba eze-
bifo ebigulumivu Abasamaliya byebali bakoze,
buli gwanga mu bibuga byabwe mwebabera. Aba- 30
saja Abebabuloni nebakola Sukosibenosi, abasaja
Abekusi nebakola Nerigali, abasaja Abekamasi
nebakola Asima, Abavi nebakola Nibukazi ne 31
Talitaka, Abasefavaimu nebokyanga abana babwe
mu muliro eri Adiramereka ne Anamereka, baka-
tonda ba Sefavaimu. Awo nebatya Mukama nebe- 32
yawulira bakabona bebifo ebigulumivu nga baba-
gya mubo be nyini, ababawerangayo sadaka mu
nyumba ezebifo ebigulumivu. Nebatya Mukama, 33
nebawereza bakatonda babwe bo ngengeri bwe-
yali eyamawanga gebagyibwamu okutwalibwa.
Bakola na buli kati ngempisa ezeda bwezali: 34
tebatya Mukama so tebakola ngamateka gabwe
bwegali newakubade nga bwebalagirwa newaku-
bade ngeteka nebiragiro bwebiri Mukama byeya-
lagira abana ba Yakobo gweyatuma Isiraeri; Mu- 35
kama gweyali alaganye naye endagano nabakutira
ngayogera nti Temutyanga bakatonda abalala so
temubakutamiranga so temubawerezanga so temu-
wangayo sadaka eri bo: naye Mukama eyabagya 36
munsi Yemisiri namanyi amangi nomukono ogwa-
gololwa oyo gwemuba mutya era oyo gwemuba
mukutamira, era eri eyo gyemuba muwayo sa-
daka: namateka nebyemwalagirwa ne tawuleti 37
nekiragiro kyeyabawandikira, munabikwatanga
okubikola enaku zona; so temutyanga baka-
tonda abalala: nendagano gyendaganye namwe 38
temugyerabiranga; so temutyanga bakatonda aba-

39 lala: naye Mukama Katonda wamwe gwemuba
mutya; era yanabalokolanga mu mukono gwaba-
40 labe bamwe bona. Era naye nebatawulira naye
41 nebakola ngempisa yabwe eyeda bweyali. Awo
amawanga gano negatya Mukama nebawereza ebi-
fananyi byabwe ebyole; era nabana babwe bwe-
batyo nabana babana babwe, nga bajaja babwe
bwebakolanga, bwebatyo bwebakola na buli kati.

18

1 Awo olwatuka mu mwaka ogwokusatu ogwa
Kosea mutabani wa Era kabaka wa Isiraeri Keze-
kiya mutabani wa Akazi kabaka wa Yuda nata-
2 nula okufuga. Yali yakamaze emyaka amakumi
abiri mwetano bwayatanula okufuga; nafugira
emyaka amakumi abiri mu mwenda mu Yerusa-
lemi: ne nyina erinyalye yali Abi muwala wa
3 Zekaliya. Nakola ebyali mu maso ga Mukama
ebirungi nga byona bwebyali Daudi kitawe bye-
4 yakolanga. Yagyawo ebifo ebigulumivu namenya
empagi natemera dala Basera: namenyamenya
omusota ogwekikomo Musa gweyakola; kubanga
okutusa mu biro ebyo abana ba Isiraeri nga
bagwotereereza obubane; naguita nti Kikomo bu-
5 komo. Yamwesiga Mukama Katonda wa Isira-
eri; awo oluvanyumalwe newataba amufanana mu
bakabaka bona aba Yuda so si (mwabo) abamusoka.
6 Kubanga neyegata ne Mukama, teyaleka kumugo-
berera naye nakwata ebiragirobye Mukama bye-
7 yalagira Musa. Awo Mukama naba naye; buli
gyeyafulumanga yona nalabanga omukisa: naje-
8 mera kabaka Webwasuli natamuwereza. Nakuba
Abafirisiti okubatusa Egaza nensalo zakyo, ekigo
ekyomukumi era nekibuga ekiriko enkomera.
9 Awo olwatuka mu mwaka ogwokuna ogwa
kabaka Kezekiya, gwe mwaka ogwomusanvu

ogwa Kosea mutabani wa Era kabaka wa Isiraeri
Salimanesera kabaka Webwasuli natabala Sama-
liya nakizingiza. Awo emyaka esatu bwegya- 10
gyako nebakimenya: mu mwaka ogwomukaga
ogwa Kezekiya, gwe mwaka ogwomwenda ogwa
Kosea kabaka wa Isiraeri, Samaliya nekimenye-
bwa. Awo kabaka Webwasuli natwalira dala 11
Isiraeri Ebwasuli, nabateka mu Kala ne mu
Kabola ku muga Ogwegozani, ne mu bibuga
Ebyabamedi: kubanga tebagondera dobozi lya 12
Mukama Katonda wabwe, naye nebasobya enda-
ganoye, byona Musa omudu wa Mukama byeya-
lagira, nebatakiriza kubiwulira newakubade oku-
bikola.

Awo mu mwaka ogwekumi nena ogwa kabaka 13
Kezekiya Senakeribu kabaka Webwasuli natabala
ebibuga byona ebiriko enkomera ebya Yuda, nabi-
menya. Awo Kezekiya kabaka wa Yuda natu- 14
mira kabaka Webwasuli Erakisi ngayogera nti
Nyononye; dayo onveko: byononsalira nabikiriza.
Kabaka Webwasuli namusalira Kezekiya kabaka
wa Yuda efeza talanta ebikumi bisatu nezabu
talanta amakumi asatu. Era Kezekiya namuwa 15
efeza yona eyalabika mu nyumba ya Mukama ne
mu byobugaga ebyomunyumba ya kabaka. Mu 16
biro ebyo Kezekiya nasala (ezabu ku) nzigi zeye-
kalu ya Mukama ne (ku) mpagi Kezekiya kabaka
wa Yuda zeyali abiseko, nagiwa kabaka Webwa-
suli. Awo kabaka Webwasuli natuma Talitani 17
ne Labusalisi ne Labusake ngaima Erakisi eri
kabaka Kezekiya, nga balina egye lingi, Eyerusa-
lemi. Nebatabala nebaja Eyerusalemi. Awo nga
batabade nebaja nebaimirira awali olusalosalo
olwekidiba ekyengulu ekiri mu lugudo olweni-
miro yomwozi wengoye. Awo bwebaita kabaka, 18
newafuluma eri bo Eriakimu mutabani wa Kiri-
kiya eyali sabakaki, ne Sebena omuwandisi ne
Yoa mutabani wa Asafu omujukiza. Awo La- 19

busake nabagamba nti Mumugambe no Kezekiya nti Bwatyo bwayogera kabaka omukulu kabaka Webwasuli nti Bwesige ki buno bwewesiga?
20 Oyogera, naye bigambo bya mu kamwa bumwa, nti (Waliwo) amagezi namanyi agokulwana.
21 Ani no gwewesiga nokujema nonjemera? Laba no wesiga omugo ogwolumuli luno olwatifu, ye Misiri; omuntu bwanesigama okwo, lunaingira mu mukonogwe nerugufumita: bwatyo Falao kabaka Wemisiri bwali eri abo bona aba-
22 mwesiga. Naye bwemunangamba nti Twesiga Mukama Katonda wafe: siye wuyo Kezekiya gwagyidewo ebifobye ebigulumivu nebyotobye, nagamba Yuda ne Yerusalemi nti Munasinzizanga
23 mu maso gekyoto kino mu Yerusalemi? Kale no, nkwegairide, muwe emisingo mukama wange kabaka Webwasuli, nange nakuwa embalasi enkumi biri, gwe kububwo bwonoinza okuzitekako abaze-
24 bagala. Kale onoinza otya okukyusa amaso gomwami omu kwabo abasinga obuto ku badu ba mukama wange, newesiga Misiri olwamagali nabe-
25 bagala embalasi? Nze ntabade ekifo kino kakano awatali Mukama okukizikiriza? Mukama ye
26 yangamba nti Tabala ensi eno ogizikirize. Awo Eriakimu mutabani wa Kirikiya ne Sebena ne Yoa nebagamba Labusake nti Nkwegairide, yogera nabadubo mu lulimi Olusuli; kubanga tulutegera: so toyogera nafe mu lulimi Olwabayudaya mu
27 matu gabantu abali ku bugwe. Naye Labusake nabagamba nti Mukama wange yantumira mukamawo nawe, okwogera ebigambo bino? tantumide basaja abatula ku bugwe, okulya amazi gabwe bo nokunywera enkali yabwe bo wamu
28 namwe? Awo Labusake naimirira nayogerera wagulu nedobozi dene mu lulimi Olwabayudaya nayogera nti Muwulire ekigambo kya kabaka
29 omukulu kabaka Webwasuli Bwatyo bwayogera kabaka nti Kezekiya tabalimbanga, kubanga tali-

inza kubalokola mu mukonogwe: so Kezekiya
tabesizanga Mukama ngayogera nti Mukama tali- 30
rema kutulokola, nekibuga kino tekirigabulwa
mu mukono gwa kabaka Webwasuli. Temumu- 31
wulirizanga Kezekiya: kubanga bwatyo bwayo-
gera kabaka Webwasuli nti Mutabagane nange
mufulume gyendi; nemulya buli muntu ku mu-
zabibugwe na buli muntu ku mutinigwe, nemu-
nywa buli muntu ama'zi agomukidibakye ye;
okutusa lwendija nembatwalira dala munsi efa- 32
nana ensi yamwe, ensi eyengano nomwenge, ensi
eyemigati nensuku ezemizabibu, ensi eyamafuta
aga zeituni nomubisi gwenjuki, mube balamu
nemutafa: so temumuwulirizanga Kezekiya bwa-
libasendasenda ngayogera nti Mukama alitulokola.
Waliwo katonda yena ku bakatonda bamawanga 33
eyali alokode ensiye mu mukono gwa kabaka We-
bwasuli? Balirudawa bakatonda Bekamasi Nabe- 34
yalipada? balirudawa bakatonda Besefavaimu,
Abekena, Nabeiva? Bālokola Samaliya mu mu-
kono gwange? Bani ku bakatonda bona abensi 35
abālokola ensi yabwe mu mukono gwange, Mu-
kama alokole Yerusalemi mu mukono gwange?
Naye abantu nebasirika nebatamudamu kigambo: 36
kubanga ekiragiro kya kabaka kyali bwekityo nti
Temumudamu. Awo Eriakimu mutabani wa Kiri- 37
kiya eyali sabakaki ne Sebena omuwandisi ne Yoa
mutabani wa Asafu omujukiza nebaja eri Keze-
kiya nga bayuziza ebyambalo byabwe, nebamubu-
lira ebigambo bya Labusake.

19

Awo olwatuka kabaka Kezekiya bweyakiwulira 1
nayuza ebyambalobye neyesīga evu naingira mu
nyumba ya Mukama. Natuma Eriakimu eyali 2
sabakaki ne Sebena omuwandisi nabakade aboku-

bakabona nga bambade ebibukutu eri Isaya nabi
3 mutabani wa Amozi. Nebamugamba nti Bwatyo
bwayogera Kezekiya nti Olunaku luno lunaku
lwa buinike era lwa kunenyezebwa era lwa kuvu-
mibwa: kubanga abana batuse okuzalibwa, so
4 tewali manyi ga kuzala. Mpozi Mukama Kato-
ndawo anawulira ebigambo byona ebya Labusake
kabaka Webwasuli mukamawe gweyatuma oku-
vuma Katonda omulamu, era nanenya ebigambo
Mukama Katondawo byawulide: kale imusa oku-
5 sabakwo kulwabo abasigade. Awo abadu ba
6 kabaka Kezekiya nebaja eri Isaya. Awo Isaya
nabagamba nti Bwemutyo bwemuba mugamba
mukama wamwe nti Bwatyo bwayogera Mukama
nti Totya bigambo byowulide abadu ba kabaka
7 Webwasuli byebanvode. Laba, nateka omwoyo
muye, awo anawulira ekigambo nadayo munsiye
ye; nange ndimugwisa nekitala munsiye ye.
8 Awo Labusake nadayo nasanga kabaka Webwa-
suli ngalwana ne Libina: kubanga yali awulide
9 ngavude ku Lakisi. Awo bweyawulira nga bogera
ku Tiraka kabaka Wesiyopya nti Laba, atabade
okulwana nawe: natumira nate Kezekiya ababaka
10 ngayogera nti Bwemutyo bwemuba mugamba
Kezekiya kabaka wa Yuda nti Katondawo gwe-
wesiga takulimbanga ngayogera nti Yerusalemi
tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka Webwa-
11 suli. Laba, wawulira bakabaka Bebwasuli bye-
bakola ensi zona nga bazizikiririza dala, nawe
12 olirokoka? Bakatonda bamawanga bābalokola abo
bajaja bange bebazikiriza, Gozani ne Kalani ne
13 Lezefu nabana ba Edeni abali mu Terasala? Ka-
baka Wekamasi alirudawa ne kabaka Weyalipada
ne kabaka wekibuga Sefavaimu, Owekena Noweiva?
14 Awo Kezekiya natola ebaluwa mu mukono gwaba-
baka nagisoma: awo Kezekiya nayambuka mu
15 nyumba ya Mukama, nagyanjuluza mu maso ga Mu-
kama. Awo Kezekiya nasaba mu maso ga Mukama

nayogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri,
atula ku bakerubi, gwe Katonda, gwe weka, owo-
bwakabaka bwona bwensi; gwe wakola egulu nensi.
Tega okutukwo, ai Mukama, owulire; zibula 16
amasogo, ai Mukama, olabe: owulire ebigambo
bya Senakeribu byamutumye nabyo okuvuma
Katonda omulamu. Mazima, Mukama, bakabaka 17
Bebwasuli bazikiriza amawanga nensi zabwe, era 18
basula bakatonda babwe mu muliro: kubanga
tebali bakatonda naye mulimu gwa mikono gya
bantu, emiti namainja; kyebava babazikiriza.
Kale no, ai Mukama Katonda wafe, tulokole, nkwe- 19
gairide, mu mukonogwe obwakabaka bwona obwe-
nsi bamanye nga gwe Mukama Katonda, gwe
weka.

Awo Isaya mutabani wa Amozi natumira Keze- 20
kiya ngayogera nti Bwatyo bwayogera Mukama
Katonda wa Isiraeri nti Kubanga onsabye olwa
Senakeribu kabaka Webwasuli, nkuwulide. Kino 21
kye kigambo Mukama kyayogede kuye: nti Omu-
wala wa Sayuni atamanyanga musaja akunyomye,
akusekerede; omuwala wa Yerusalemi akunye-
nyere'za omutwe. Ani gwovumye gwovode? ani 22
gwogulumiri'zako edobozirvo noimusa wagulu ama-
sogo? ku Mutukuvu owa Isiraeri. Ovumide Mu- 23
kama mu babakabo noyogera nti Ninye ku ntiko
yensozi nolufulube lwamagali gange, ku njuwi ezo-
munda eza Lebanoni; era nditema emivule gyako
emiwanvu nemiberosi gyako egisinga obulungi:
era ndiingira mu kisulo kyako ekikomeredeyo, mu
kibira ekyenimiro yako engimu. Nsimye nywede 24
ama'zi agabanagwanga, era ndikaza nebigere bya-
nge emiga gyona Egyemisiri. Tewawulira bwena- 25
kikola eda, nenkibumba okuva mu biro ebyeda?
kakano nkitukiri'za obere wa kuzikiriza bibuga
ebiriko enkomera nobifula entumo ezamatongo.
Ababitulamu kyebava babera namanyi amatono, 26
nebatekemuka nebakengentererwa; nebaba nge-

subi eryomutale era ngomudo omubisi, ngesubi
eriri wagulu ku nyumba, era ngengano ekaze nga
27 tenakula. Naye manyi okutulakwo nokufulu-
28 makwo nokuingirakwo ne bwondalukira. Ku-
banga ondalukira era kubanga esukutiryo lirinye
mu matu gange, kyendiva nteka edobo lyange mu
nyindozo nolukoba lwange mu mimwagyo, nenku-
29 dizayo mu kubo lyewafulumamu. Era kano ke
kanaba akabonero gyoli: mulirya mu mwaka
guno ekyo ekimera kyoka, ne mu mwaka ogwo-
kubiri ekyo ekikivamu okuloka; ne mu mwaka
ogwokusatu musige mukungule musimbe ensuku
30 ezemizabibu nemulya ku bibala byamu. Awo
ekitundu ekifisewo ekiwonye ku nyumba ya
Yuda balisimba emizi wansi nebabala ebibala
31 wagulu. Kubanga mu Yerusalemi muliva ekitu-
ndu ekifisewo, ne ku lusozi Sayuni abo abaliwona:
32 obugya bwa Mukama bulitukiriza ekyo. Mukama
kyava ayogera ku kabaka Webwasuli nti Talituka
ku kibuga kino, so talirasayo kasale, so talikyole-
33 kera nengabo, so talikitumako kifunvu. Mu kubo
mweyajira omwo mwalidirayo, so talituka ku
34 kibuga kino, bwayogera Mukama. Kubanga
ndirwanirira ekibuga kino okukirokola kubwange
nze ne kubwomudu wange Daudi.
35 Awo olwatuka ekiro ekyo malaika wa Mukama
nafuluma nata mu lusisira Olwabasuli kasirivu
mwobukumi munana mwenkumi tano: abantu
bwebagolokoka enkya mu makya, laba, bona
36 bāli mirambo gya bafu. Awo Senakeribu ka-
baka Webwasuli navayo nagenda nadayo, nabera
37 Enineve. Awo olwatuka bweyali ngasinziza mu
kigwa kya Nisiroka katondawé, Aderamereka ne
Salezera nebamuta nekitala: nebadukira munsi
ya Alalati. Esaladoni mutabaniwe nafuga mu
kifokye.

20

Mu biro ebyo Kezekiya nalwala kumpi nokufa. 1
Isaya nabi mutabani wa Amozi naja gyali namu-
gamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Teka-
teka enyumbayo; kubanga ogenda kufa so togenda
kulama. Awo nakyusiza amasoge ku kisenge 2
namwegairira Mukama ngayogera nti Jukira ka- 3
kano, ai Mukama, nkwegairide, bwenatambuli-
ranga mu masogo namazima nomutima ogwatu-
kirira, nenkola ebiri mu masogo ebirungi. Keze-
kiya nakaba nyo amaziga. Awo olwatuka Isaya 4
nga tanafuluma okugenda mu luwi lwekibuga
olwa wakati, ekigambo kya Mukama nekimujira
nti Dayo ogambe Kezekiya omulangira wabantu 5
bange nti Bwatyo bwayogera Mukama Katonda
wa Daudi jajawo nti Mpulide okusabakwo, nda-
bye amazigago: laba, ndikuwonya: ku lunaku
olwokusatu kwolirinyira mu nyumba ya Mu-
kama. Era ndyongera ku nakuzo emyaka kumi 6
netano; era ndirokola gwe nekibuga kino mu
mukono gwa kabaka Webwasuli; era ndirwani-
rira ekibuga kino kubwange nze ne kubwomudu
wange Daudi. Awo Isaya nayogera nti Mudire 7
ekitole kyetini. Nebakidira nebakiteka ku jute,
nawona. Awo Kezekiya nagamba Isaya nti Kaliwa 8
akabonero nga Mukama alimponya era nga ndiri-
nyira mu nyumba ya Mukama ku lunaku olwo-
kusatu? Isaya nayogera nti Kano ke kaliba 9
akabonero gyoli akava eri Mukama nga Mukama
alikola ekyo kyayogede: ekisikirize kinatambula
mu maso amadala kumi, oba kinadayo enyuma
amadala kumi? Awo Kezekiya nadamu nti Eki- 10
sikirize okuka amadala kumi kigambo kyangu:
neda, naye ekisikirize kideyo enyuma amadala
kumi. Isaya nabi nakabirira Mukama: nazayo 11

enyuma ekisikirize ebanga eryamadala ekumi, gekyali kikide ku madala ga Akazi.

12 Mu biro ebyo Berodakabaladani mutabani wa Baladani kabaka Webabuloni nawereza Kezekiya ebaluwa nekirabo: kubanga yawulira Kezekiya
13 bweyali alwade. Awo Kezekiya nabawulira nabalaga enyumba yona eyebintubye ebyomuwendo omungi, efeza nezabu nebyakalosa namafuta agomuwendo omungi nenyumba eyebyokulwanyisabye ne byona ebyalabika mu byobugagabwe: tewali kintu mu nyumbaye newakubade mu
14 matwalege gona Kezekiya kyatabalaga. Awo Isaya nabi naja eri kabaka Kezekiya namugamba nti Abasaja bano bogede ki? era bavude wa okuja gyoli? Kezekiya nayogera nti Bava munsi eye-
15 wala mu Babuloni. Nayogera nti Balabye ki mu nyumbayo? Kezekiya nadamu nti Byona ebiri mu nyumba yange babirabye: tewali kintu mu
16 byobugago bwange kyesibalaze. Isaya nagamba Kezekiya nti Wulira ekigambo kya Mukama.
17 Laba, enaku zija byona ebiri mu nyumbayo nebyo bajajabo byebatereka okutusa lero lwebiritwalibwa Ebabuloni: tewali kintu ekirisigala, bwayogera
18 Mukama. Era balitwala ne ku batabanibo abalikuvamu bolizala; awo baliba balawe mu liyumba
19 lya kabaka Webabuloni. Awo Kezekiya nagamba Isaya nti Ekigambo kya Mukama kyoyogede kirungi. Era nayogera nti Siwewawo, emirembe namazima bwebinabangawo ku mirembe gyange?
20 Era ebikolwa ebirala byona eby'a Kezekiya namanyige gona era bweyasima ekidiba nolusalosalo naleta ama'zi mu kibuga tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya bakabaka ba Yuda?
21 Kezekiya neyebakira wamu ne bajabe: Manase mutabaniwe nafuga mu kifokye.

21

MANASE yali yakamaze emyaka kumi nebiri bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi atano mwetano mu Yerusalemi: ne nyina erinya- 1
lye yali Kefiziba. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi ngebyemizizo bwebiri ebyabama- 2
wanga Mukama beyagoba mu maso gabana ba Isiraeri. Nazimba nate ebifo ebigulumivu Keze- 3
kiya kitawe byeyazikiriza; nasimbira Baali ebyoto nakola Asera nga Akabu kabaka wa Isiraeri bweyakola nasinza egye lyona eryomugulu naliwereza. Nazimba ebyoto mu nyumba ya Mukama Mukama 4
gyeyagambako nti Mu Yerusalemi mwenditeka erinya lyange. Era nazimbira egye lyona eryo- 5
mugulu ebyoto mumpya ebiri ezenyumba ya Mukama. Naisa mu muliro mutabaniwe, nakola 6
ebyobufumu naba nebyobulogo, nagendanga eri abo abaliko emizimu nabasawo: nakola obubi bungi mu maso ga Mukama okumusunguwaza. Nasimba ekifananyi ekyole ekya Asera kyeya- 7
kola mu nyumba Mukama gyeyagambako Daudi ne Sulemani mutabaniwe nti Mu nyumba eno ne mu Yerusalemi kyeneroboza mu bika byona ebya Isiraeri wenditeka erinya lyange emirembe gyona: so siriwabya nate bigere bya Isiraeri okuva munsi 8
gyenawa bajaja babwe; kyoka bwebanekumanga okukola nga byona bwebiri byembalagide era ngamateka gona bwegali omudu wange Musa geyabalagira. Naye nebatawulira: Manase nabasenda- 9
senda okukola ebibi okusinga amawanga bwegakolanga Mukama geyazikiriza mu maso gabana ba Isiraeri. Awo Mukama nayogerera mu badube 10
banabi nti Kubanga Manase kabaka wa Yuda 11
akoze ebyemizizo bino era akoze obubi okusinga byona Abamoli byebakola abamusoka, era ayono-

12 nyeseza ne Yuda nebifananyibye: Mukama Katonda wa Isiraeri kyava ayogera nti Laba, ndeta
ku Yerusalemi ne Yuda obubi obwenkana awo,
buli anabuwuliranga nokwamirira amatuge gombi
13 negamirira. Era ndirega ku Yerusalemi omugwa
Ogwesamaliya nejinja erigera eryenyumba ya
Akabu: era ndisangula Yerusalemi ngomuntu
bwasangula esawani, ngagisangula era ngagivu-
14 nika. Era ndisula ekitundu ekifisewo ekyobu-
sika bwange nembagabula mu mukono gwabalabe
babwe; awo balifuka muigo era munyago eri
15 abalabe babwe bona; kubanga bakoze ebiri mu
maso gange ebibi nebansunguwaza okuva ku lu-
naku bajaja babwe kwebavira mu Misiri ne lero.
16 Era nate Manase nayiwa omusai ogutaliko musa-
ngo, mungi nyo okutusa lweyajuza Yerusalemi
eruwi neruwi; obutasako kwononakwe kweyayo-
nonyesa Yuda ngakola ebyali mu maso ga Mu-
17 kama ebibi. Era ebikolwa ebirala byona ebya
Manase ne byona byeyakola nokwononakwe kwe-
yayonona tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyo-
18 mumirembe gya bakabaka ba Yuda? Manase
neyebakira wamu ne bajajabe nazikibwa mu
lusuku olwokunyumbaye ye, mu lusuku lwa Uza:
Amoni mutabaniwe nafuga mu kifokye.
19 Amoni yali yakamaze emyaka amakumi abiri
mwebiri bweyatanula okufuga; nafugira emyaka
ebiri mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali
20 Mesulemesi muwala wa Kaluzi Oweyotiba. Na-
kola ebyali mu maso ga Mukama ebibi nga Manase
21 kitawe bweyakola. Natambulira mu kubo lyona
kitawe lyeyatambuliramu nawereza ebifananyi
22 kitawe byeyawereza nabisinza: namuvako Mu-
kama Katonda wa bajajabe natatambulira mu
23 kubo lya Mukama. Abadu ba Amoni nebamwe-
24 kobana nebatira kabaka mu nyumbaye ye. Naye
abantu abomunsi nebata abo bona abamwekobana
kabaka Amoni; abantu abomunsi nebafula Yosi-

ya mutabaniwe kabaka mu kifokye. Era ebiko- 25
lwa ebirala byona ebya Amoni byeyakola tebya-
wandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
bakabaka ba Yuda? Nazikibwa mu ntanaye mu 26
lusuku lwa Uza: Yosiya mutabaniwe nafuga mu
kifokye.

22

Yosiya yali yakamaze emyaka munana bweya- 1
tanula okufuga; nafugira emyaka amakumi asatu
mu gumu mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye
yali Yedida muwala wa Adaya Owebozikasi. Na- 2
kola ebyali mu maso ga Mukama ebirungi nata-
mbulira mu kubo lyona erya Daudi jajawe nata-
kyamira ku mukono ogwadyo newakubade ku
gwa kono.

Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nomuna- 3
na ogwa kabaka Yosiya kabaka natuma Safani
mutabani wa Azaliya mutabani wa Mesulamu
omuwandisi eri enyumba ya Mukama ngayogera
nti Mwambuke eri Kirikiya kabona omukulu, 4
abale efeza eziretebwa mu nyumba ya Mukama,
abagazi zebakasoloza ku bantu: baziweyo mu mu- 5
kono gwabakozi bemirimu abalabirira enyumba
ya Mukama: baziwe abakozi bemirimu abali mu
nyumba ya Mukama okudabiriza ebituli byenyu-
mba; ababa'zi nabazimbi nabazimbi bamainja; 6
era olwokugula emiti namainja amabaje okudabi-
riza enyumba. Naye tebabalirira muwendo eri 7
abo ogwefeza ezawebwa mu mukono gwabwe; ku-
banga bakolanga nobwesigwa. Awo Kirikiya 8
kabona omukulu nagamba Safani omuwandisi nti
Nzawude ekitabo ekyamateka mu nyumba ya
Mukama. Awo Kirikiya nawa Safani ekitabo 9
nakisoma. Awo Safani omuwandisi naja eri ka-
baka namudiza kabaka ebigambo nayogera nti
Abadubo bagyemu efeza ezirabise mu nyumba,

nebaziwa mu mukono gwabakozi bemirimu aba-
10 labirira enyumba ya Mukama. Awo Safani omu-
wandisi nagamba kabaka nti Kirikiya kabona
ampade ekitabo. Safani nakisoma mu maso ga
11 kabaka. Awo olwatuka kabaka bweyawulira
ebigambo ebyekitabo ekyamateka, nayuza eby-
12 mbalobye. Awo kabaka nalagira Kirikiya ka-
bona ne Akikamu mutabani wa Safani ne Aka-
bola mutabani wa Mikaya ne Safani omuwandisi
13 ne Asaya omudu wa kabaka ngayogera nti Mu-
gende mumbulirize Mukama nze nabantu ne
Yuda yena ebyebigambo ebyekitabo kino ekiza-
wuse: kubanga obusungu bwa Mukama obwase eri
fe bungi kubanga bajaja bafe tebawulira bigambo
bya kitabo kino okukola nga byona bwebiri eby-
14 tuwandikirwa. Awo Kirikiya kabona ne Aki-
kamu ne Akabola ne Safani ne Asaya nebagenda
eri Kulida nabi omukazi muka Salumu muta-
bani wa Tikava mutabani wa Kalikasi omuwa-
nika webyambalo; [oyo yabera mu Yerusalemi
15 mu luwi olwokubiri;] nebatesa naye. Awo na-
bagamba nti Bwatyo bwayogera Mukama Kato-
nda wa Isiraeri nti Mumugambe omusaja abatu-
16 mye gyendi nti Bwatyo bwayogera Mukama nti
Laba, ndireta obubi ku kifo kino ne kwabo aba-
kiberamu, ebigambo byona ebyekitabo kabaka
17 wa Yuda kyasomye: kubanga banvudeko nebo-
kya obubane eri bakatonda abalala bansunguwaze
nomulimu gwona ogwengalo zabwe; obusungu
bwange kyebuliva bwaka ku kifo kino so tebulizi-
18 kira. Naye kabaka wa Yuda abatumye okubuza
Mukama bwemutyo bwemuba mumugamba nti
Bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri
19 nti Olwebigambo byowulide, kubanga omutima-
gwo gubade mugonvu newetowaza mu maso ga
Mukama bwowulide byenayogera ku kifo kino
ne kwabo abakiberamu, nga balifuka amatongo
nekikolimo, noyuza ebyambalobyo nokaba ama-

ziga mu maso gange; nange nkuwulide, bwayogera Mukama. Laba, kyendiva nkukunganya eri bajajabo nokunganyizibwa mu ntanayo mirembe, so namasogo tegaliraba bubi bwona bwendireta ku kifo kino. Nebamudiza kabaka ebigambo.

23

Awo kabaka natuma, nebakunganyiza gvali abakade bona aba Yuda Nabeyerusalemi. Kabaka nayambuka mu nyumba ya Mukama, nabasaja bona aba Yuda ne bona abatula mu Yerusalemi wamu naye ne bakabona ne banabi nabantu bona, abato nabakulu: nasoma mu matu gabwe ebigambo byona ebyekitabo ekyendagano ekizawuse mu nyumba ya Mukama. Kabaka naimirira awali empagi nalagana endagano mu maso ga Mukama okutambula okugoberera Mukama nokukwata amatekage nebyo byeyategeza nebiragirobye nomutimagwe gwona nememeye yona okunyuweza ebigambo byendagano eno ebyawandikibwa mu kitabo kino: abantu bona nebaimirira okwesibira endagano. Awo kabaka nalagira Kirikiya kabona omukulu ne bakabona abomutindo ogwokubiri nabagazi, okufulumya mu yekalu ya Mukama ebintu byona ebyakolerwa Baali ne Asera negye lyona eryomugulu: nabyokera ebweru Weyerusalemi mu tale eriri ku Kidironi, nevu lyabyo nalitwala Ebeseri. Nabagyawo bakabona abasinza ebifananyi bakabaka ba Yuda bebayawula okwotererezа obubane ku bifo ebigulumivu mu bibuga bya Yuda ne mu bifo ebyetolode Yerusalemi; nabo abayotererezanga obubane Baali nenjuba nomwezi nemunyenye negye lyona eryomugulu. Nagya Asera mu nyumba ya Mukama ebweru Weyerusalemi nakireta ku kaga Kidironi nakyokera ku kaga Kidironi nakirinyi-

rira nakifula efufuge nasula efufuge lyakyo ku
7 malalo gabakopi. Namenyamenya enyumba eza-
balyanga ebisiyaga ezali mu nyumba ya Mukama,
abakazi gyebalukiriranga Asera ebitimbibwa.
8 Nagya bakabona bona mu bibuga bya Yuda, na-
yonona ebifo ebigulumivu bakabona kwebāyote-
rereza obubane, okuva Egeba okutuka Ebeeriseba;
namenyamenya ebifo ebigulumivu ebyokunzigi
ebyali awaingirirwa mu mulyango gwa Yosuwa
omukulu wekibuga, ebyali ku mukono ogwa kono
9 ogwomuntu awali wankaki wekibuga. Era naye
bakabona abebifo ebigulumivu nebatayambuka
eri ekyoto kya Mukama mu Yerusalemi, naye
nebaliranga emigati egitazimbulukuswa mu ba-
10 ganda babwe. Era nayonona Tofesi ekiri mu ki-
wonvu ekyabana ba Kinomu, omuntu yena aleme
okuisa omwanawe owobulenzi newakubade owo-
11 buwala mu muliro eri Moleka. Nagyawo emba-
lasi bakabaka ba Yuda zebali bawade enjuba, awa-
ingirirwa mu nyumba ya Mukama, awali enju ya
Nasanimereka omulawe, eyalirana nevekalu; na-
12 yokya amagali genjuba omuliro. Nebyoto ebyali
wagulu kunju eya wagulu eya Akazi, bakabaka ba
Yuda byebali bakoze, nebyoto Manase byeyali
akoze, mumpya zombi ezenyumba ya Mukama,
kabaka nabimenyamenya nabisindika wansi oku-
bigyayo, nasula enfufu yabyo mu kaga Kidironi.
13 Nebifo ebigulumivu ebyayolekera Yerusalemi
ebyali ku mukono ogwadyo ogwolusozi olwobwo-
nonefu, Sulemani kabaka wa Isiraeri byeyazimbira
Asitolesi omuzizo Gwabasidoni ne Kemosi omu-
zizo gwa Moabu ne Mirikomu omuzizo gwabana
14 ba Amoni, kabaka nabyonona. Namenyamenya
empagi natema Basera najuza ebifo byabwe ama-
15 gumba gabantu. Era nekyoto ekyali Ebeseri
nekifo ekigulumivu Yeroboamu mutabaniwa Ne-
bati eyayononyesa Isiraeri kyeyakola, ekyoto ekyo
nekifo ekigulumivu nabimenyamenya; nayokya

ekifo ekigulumivu nakirinyirira nakifula efufuge
nayokya Asera. Awo Yosiya bweyakebuka na- 16
laba amalalo agali eyo ku lusozi; natuma nagya
amagumba mu malalo nagokera ku kyoto na-
kyonona ngekigambo bwekyali ekya Mukama
omusaja wa Katonda kyeyalangira eyalangira
ebigambo bino. Awo nayogera nti Kijukizo ki 17
ekyo kyendaba? Abasaja abekibuga nebamubu-
lira nti Ge malalo gomusaja wa Katonda eyava
mu Yuda nalangira ebigambo ebyo byokoze ku
kyoto ekyomu Beseri. Nayogera nti Mumuleke; 18
omuntu yena aleme okwasimula amagumbage.
Awo nebaleka amagumbage wamu namagumba
ga nabi eyava mu Samaliya. Era nenyumba zona 19
ezebifo ebigulumivu ezali mu bibuga Ebyesama-
liya, bakabaka ba Isiraeri zebakola, okusungu-
waza (Mukama), Yosiya nazigyawo, nazikola
ngebikolwa byona bwebyali byeyakola mu Beseri.
Natira bakabona bona abebifo ebigulumivu abali 20
eyo ku byoto, nabyokerako amagumba gabantu;
nadayo Eyerusalemi.

Awo kabaka nalagira abantu bona ngayogera nti 21
Mukwate Okuitako eri Mukama Katonda wamwe
nga bwekyawandikibwa mu kitabo kino ekyenda-
gano. Mazima tebakwatanga Kuitako okwenkana 22
awo okuva ku mirembe gyabalamuzi abalamula
Isiraeri newakubade mu mirembe gyona egya ba-
kabakaba Isiraeri newakubade mu gya bakabaka
ba Yuda; naye mu mwaka ogwekumi nomunana 23
ogwa kabaka Yosiya nebakwata Okuitako okwo
eri Mukama mu Yerusalemi. Era nate abo aba- 24
liko emizimu nabasawo ne baterafi nebifananyi
nemizizo gyona egyalabika munsi ya Yuda ne mu
Yerusalemi Yosiya nabigyawo, alyoke anyuweze
ebigambo ebyamateka ebyawandikibwa mu kitabo
Kirikiya kabona kyeyazawula mu nyumba ya
Mukama. Era tewali kabaka eyamusoka eyamu- 25
fanana eyakyukira Mukama nomutimagwe gwona

nememeye yona namanyige gona ngamateka ga Musa gona bwegali; so noluvanyumalwe tewag-
26 olokoka nomu eyamufanana. Era naye Mukama natakyuka kuleka ekiruwikye ekingi ekyayasa obusungubwe eri Isiraeri olwokusunguwaza kwona
27 Manase kweyamusunguwaza. Mukama nayogera nti Ndigyawo ne Yuda mu maso gange nga bwenziyewo Isiraeri, era ndisula ekibuga kino kyeneroboza, Yerusalemi, nenyumba gyenayogerako nti
28 Erinya lyange linabanga eyo. Era ebikolwa ebirala byona ebya Yosiya ne byona byeyakola tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
29 gya bakabaka ba Yuda? Ku mirembegye Falaoneko kabaka Wemisiri natabala kabaka Webwasuli ku muga Firati: Yosiya namutabala:
30 namutira Emegido bweyamulaba. Abadube nebamusitulira mu gali ngafude nebamugya Emegido, nebamuleta Eyerusalemi nebamuzika mu ntanaye ye. Abantu abomunsi nebatwala Yekoakazi mutabani wa Yosiya nebamufukako amafuta nebamufula kabaka mu kifo kya kitawe.
31 Yekoakazi yali yakamaze emyaka amakumi abiri mwesatu bweyatanula okufuga; nafugira emyezi esatu mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye
32 yali Kamutali muwala Yeremiya Oweribina. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi nga byona
33 bwebyali bajajabe byebakola. Awo Falaoneko namusibira mu masamba Eribira munsi Yekamasi aleme okufuga mu Yerusalemi: nasalira ensi omusolo ogwefeza talanta kikumi nezabu talanta emu.
34 Awo Falaoneko nafula Eriakimu mutabani wa Yosiya kabaka mu kifo kya Yôsiya kitawe, nawanyisa erinyalye namutuma Yekoyakimu: naye nagyayo Yekoakazi; naja Emisiri nafira eyo.
35 Awo Yekoyakimu nawa Falao efeza nezabu; naye nasalira ensi ebintu okuwayo efeza eyo nga Falao bweyalagira: yasoloza efeza nezabu ku bantu

abomunsi, ku buli muntu nga bweyasalirwa ebintu, okubiwa Falaoneko.

Yekoyakimu yali yakamaze emyaka amakumi 36
abiri mwetano bweyatanula okufuga; nafugira
emyaka kumi nogumu mu Yerusalemi: ne nyina
erinyalye yali Zebida muwala wa Pedaya Oweru-
ma. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi 37
nga byona bwebyali kitawe byeyakola. Ku **24**
mirembegye Nebukadineza kabaka Webabu-
loni nayambuka, Yekoyakimu nafuka omuduwe
emyaka esatu: awo nalyoka akyuka namujemera.
Awo Mukama namusindikako ebibina Ebyabaka- 2
lidaya nebibina Ebyabasuli nebibina Ebyabamo-
abu nebibina ebyabana ba Amoni, nabasindika ku
Yuda okugisikiriza ngekigambo kya Mukama kye-
yayogera nomukono gwabadube banabi. Mazima 3
ekyo kyajira Yuda lwa kiragiro kya Mukama,
okubagya mu masoge olwokwonona kwa Manase
nga byona bwebyali byeyakola; era nolwomusai 4
ogutaliko musango gweyayiwa; kubanga yajuza
Yerusalemi omusai ogutaliko musango: Mukama
natayagala kusonyiwa. Era ebikolwa ebirala 5
byona ebya Yekoyakimu ne byona byeyakola te-
byawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe
gya bakabaka ba Yuda? Awo Yekoyakimu neye- 6
bakira wamu bajajabe. Yekoyakini ne mutaba-
niwe nafuga mu kifokye. Awo kabaka Wemisiri 7
teyeyongera nate kuja okuva munsiye: kubanga
kabaka Webabuloni yali alide byona ebyabanga
ebya kabaka Wemisiri okuva ku kaga Akemisiri
okutuka ku muga Firati.

Yekoyakini yali yakamaze emyaka kumi nomu- 8
nana bweyatanula okufuga; nafugira emyezi esatu
mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali Nekusita
muwala wa Erinasani Oweyerusalemi. Nakola 9
ebyali mu maso ga Mukama ebibi nga byona bwe-
byali bajajabe byebakola. Mu biro ebyo abadu 10
ba Nebukadineza kabaka Webabuloni nebambuka

11 Eyerusalemi, ekibuga nekizingizibwa. Nebuka-
dineza kabaka Webabuloni naja eri ekibuga,
12 abadube nga bakyakizingiza ; Yekoyakini kabaka
wa Yuda nafuluma naja eri kabaka Webabuloni,
ye ne nyina nabadube nabakungube nabamibe:
kabaka Webabuloni namukwata mu mwaka
13 ogwomunana kasoka alya. Nagyamu ebyobuga-
ga byona ebyomunyumba ya Mukama nebyobu-
gaga ebyomunyumba ya kabaka, natematema
ebintu byona ebyezabu Sulemani kabaka wa
Isiraeri byeyakola mu yekalu ya Mukama nga
14 Mukama bweyayogera. Natwalira dala Yerusa-
lemi kyona nabakungu bona nabasaja bona aba-
manyi abazira, abasibe kakumi, nabafundi bona
nabawesi ; tewali abasigala wabula abo abasinga
15 obwavu ku bantu abomunsi. Natwala Yekoya-
kini Ebabuloni; ne nyina wa kabaka ne baka
kabaka nabamibe nabakulu abensi nabatwala Eba-
16 buloni nga basibe ngabagya Eyerusalemi. Era
abasaja bona abamanyi, akasanvu, nabafundi naba-
wesi, olukumi, bona ba manyi nga basanide oku-
lwana, abo kabaka Webabuloni nabatwala Ebabu-
17 loni nga basibe. Awo kabaka Webabuloni nafula
Mataniya muganda wa kitawe kabaka mu kifokye,
nawanyisa erinyalye namutuma Zedekiya.
18 Zedekiya yali yakamaze emyaka amakumi abiri
mu gumu bweyatanula okufuga, nafugira emyaka
kumi nogumu mu Yerusalemi : ne nyina erinyalye
yali Kamutali muwala wa Yeremiya Oweribina.
19 Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi nga
20 byona bwebyali Yekoyakimu byeyakola. Kuba-
nga kyatukirira mu Yerusalemi ne mu Yuda
lwa busungu bwa Mukama okutusa lweyamala
okubagoba mu masoge: Zedekiya najemera ka-
25 baka Webabuloni. Awo olwatuka mu mwaka
ogwomwenda kasoka alya mu mwezi ogweku-
mi ku lunaku olwekumi olwomwezi Nebuka-
dineza kabaka Webabuloni naja, ye negyerye

lyona, okulwana ne Yerusalemi, nasisira oku-
kyolekera; nebakizimbirako ebigo enjuwi zona.
Awo ekibuga nekizingizibwa okutusa ku mwaka 2
ogwa kabaka Zedekiya ogwekumi nogumu. Ku 3
lunaku olwomwenda olwomwezi (ogwokuna) enja-
la nenyikira mu kibuga emere nokubula ne-
bula abantu abomunsi. Awo nebawagula mu 4
kibuga ekituli, abasaja bona abalwanyi (neba-
duka) kiro mu kubo eryomulyango oguli wa-
kati wa babugwe babiri ogwalirana olusuku lwa
kabaka: [era Abakalidaya bali nga bazingiziza
ekibuga enjuwi zona:] (kabaka) naita mu kubo
erya Alaba. Naye egye Eryabakalidaya nebago- 5
berera kabaka nebamutukako mu nsenyi Ezeye-
riko: egyerye lyona nerisasana okumwabulira.
Awo nebawamba kabaka, nebamwambusa neba- 6
muleta eri kabaka Webabuloni Eribira; nebamu-
salira omusango. Nebatira batabani ba Zede- 7
kiya mu masoge, nebamugyamu amaso Zedekiya,
nebamusiba mu masamba, nebamutwala Eba-
buloni.

Awo mu mwezi ogwokutano ku lunaku olwomu- 8
sanvu olwomwezi, gwe mwaka ogwekumi nomwe-
nda ogwa kabaka Nebukadineza kabaka Webabu-
loni, Nebuzaladani omukulu wabambowa omudu
wa kabaka Webabuloni naja Eyerusalemi: nayo- 9
kya enyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka;
nenyumba zona ezomu Yerusalemi, buli nyumba
enene, nazokya omuliro. Negye lyona Eryabaka- 10
lidaya abāli nomukulu wabambowa nebamenya-
menya bugwe wa Yerusalemi enjuwi zona. Naba- 11
ntu abafisewo abasigade mu kibuga nabo abase-
nguka abasenga kabaka Webabuloni nabafisewo
ku kibina, abo Nebuzaladani omukulu wabambowa
nabatwalira dala nga basibe. Naye omukulu wa- 12
bambowa naleka kwabo abasinga obwavu abo-
munsi okulongosanga emizabibu nokulimanga.
Nempagi ezebikomo ezali mu nyumba ya Mu- 13

kama nentebe nenyanja eyekikomo ebyali mu nyumba ya Mukama Abakalidaya nebabimenyamenya, nebatwala ebikomo byamu Ebabuloni.
14 Nentamu nebijiko nebisalako ebisiriza nobukai nebintu byona ebyebikomo byebawerezanga na-
15 byo, nebabigyayo. Nebyoterezo nebibya; ebyali ebya zabu, zabu yako, nebyali ebya feza, feza
16 yako, omukulu wabambowa nabigyayo. Empagi zombi, enyanja emu, nentebe Sulemani zeyakolera enyumba ya Mukama; ebikomo ebyebintu bino
17 byona tebyagereka. Empagi emu obugulumivu bwayo emikono kumi nomunana, nomutwe ogwekikomo gwali kuyo: nomutwe obugulumivu bwagwo emikono esatu; omulimu omuluke namakomamawanga nga biri ku mutwe okwetolola, byona bya bikomo: nempagi eyokubiri yalina ebifanana
18 ebyo, nomulimu omuluke. Omukulu wabambowa nakwata Seraya kabona omukulu ne Zefaniya
19 kabona owokubiri nabagazi abasatu: ne mu kibuga nagyamu omwami eyakulira abasaja abalwanyi; nabasaja batano kwabo abalabanga amaso ga kabaka abalabika mu kibuga; nomuwandisi omukulu wegye eyayolesanga abantu abomunsi; nabasaja nkaga ku bantu abomunsi abala-
20 bika mu kibuga. Awo Nebuzaladani omukulu wabambowa nabakwata nabaleta eri kabaka We-
21 babuloni Eribira. Kabaka Webabuloni nabafumita nabatira Eribira munsi Yekamasi. Bwatyo Yuda
22 natwalibwa nga musibe ngagyibwa munsiye. Nabantu abasigala munsi ya Yuda Nebukadineza kabaka Webabuloni beyaleka, abo nafula Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani omukulu wabwe.

23 Awo abami bona abegye, bo nabasaja babwe, bwebawulira nga kabaka Webabuloni afude Gedaliya omukulu, nebaja eri Gedaliya Emizipa, Isimaeri mutabani wa Nesaniya ne Yokanani mutabani wa Kalea ne Seraya mutabani wa

Tanikumesi Omunetofasi ne Yaazaniya omwana
Womumaakasi, bo nabasaja babwe. Awo Geda- 24
liya nabalairira bo nabasaja babwe nabagamba nti
Temutya olwabadu Babakalidaya: mubere munsi
muwereze kabaka Webabuloni, awo muliba bulu-
ngi. Naye olwatuka mu mwezi ogwomusanvu 25
Isimaeri mutabani wa Nesaniya mutabani wa
Erisama owezade lya kabaka naja nabasaja kumi
wamu naye nebamufumita Gedaliya nokufa nafa,
Nabayudaya Nabakalidaya abali awamu naye
Emizipa. Awo abantu bona abato nabakulu 26
nabami begye nebagolokoka nebaja Emisiri: ku-
banga batide Abakalidaya.

Awo olwatuka mu mwaka ogwamakumi asatu 27
mu musanvu ogwokusibibwa kwa Yekoyakini
kabaka wa Yuda mu mwezi ogwekumi nebiri ku
lunaku olwomwezi olwamakumi abiri mu musanvu
Evirimerodaka kabaka Webabuloni naimusa omu-
twe gwa Yekoyakini kabaka wa Yuda okumugya
mu komera mu mwaka mweyatanulira okufuga;
namugamba ebyekisa nagulumiza entebeye oku- 28
singa bakabaka abali awamu naye mu Babuloni.
Nawanyisa ebyambalobye ebyomukomera nalira- 29
nga emere mu masoge enaku zona ezobulamubwe.
Nokumulisanga kabaka namuwa ebya bulijo ebyo- 30
kumulisanga, buli lunaku mugabo gwalwo enaku
zona ezobulamubwe.

EKITABO

EKYEBYOMUMIREMBE

GYA BAKABAKA EKYOLUBERYEBERYE.

1

1, 2 ADAMU, Sezi, Enosi; Kenani, Makalaleri,
3, 4 Yaleda; Enoka, Mesusera, Lameka; Nuwa, Semu, Kamu, ne Yafesi.
5 Batabani ba Yafesi; Gomera, ne Magoga, ne Madai, ne Yavani, ne Tubali, ne Meseka, ne Tirasi.
6 Ne batabani ba Gomera; Asikenazi, ne Difasi, ne
7 Togalama. Ne batabani ba Yavani; Erisa, ne Talasisi, Kitimu, ne Lodanimu.
8 Batabani ba Kamu; Kusi, ne Miziraimu, Puti,
9 ne Kanani. Ne batabani ba Kusi; Seba, ne Kavira, ne Sabuta, ne Laama, ne Sabuteka. Ne ba-
10 tabani ba Lama; Seba, ne Dedani. Kusi nazala Nimiroda: natanula okuba owamanyi munsi.
11 Miziraimu nazala Ludimu, ne Anamimu, ne Le-
12 kabimu, ne Nafutukimu, ne Pasirusimu, ne Kasalukimu (Abafirisiti gyebava), ne Kafutolimu.
13 Kanani nazala Sidoni omuberyeberyewe, ne Ke-
14 si; Nomuyebusi Nomwamoli Nomugirigasi;
15, 16 Nomukivi Nomwalaki Nomusini; Nomwalavada Nomuzemali Nomukamasi.
17 Batabani ba Semu: Eramu, ne Asuli, ne Alipa-

kasada, ne Luda, ne Alamu, ne Uzi, ne Kuli, ne
Gesera, ne Meseka. Alapakasada nazala Sera, 18
Sera nazala Ebera. Ebera nazalirwa abana babiri 19
abobulenzi: erinya lyomu Perega; kubanga mu
nakuze ensi mweyagabanirwa; nerinya lya mu-
gandawe Yokitani. Yokitani nazala Alimodada, 20
ne Serefu, ne Kazalimavesi, ne Yera; ne Kadola- 21
mu, ne Uzali, ne Dikira; ne Ebali, ne Abimaeri, 22
ne Seba; ne Ofira, ne Kavira, ne Yobabu. Abo 23
bona bali batabani ba Yokitani.

Semu, Alapakasada, Sera; Ebera, Pelega, 24, 25
Leu; Seruga, Nakola, Tera; Ibulamu (ye Ibu- 26, 27
laimu). Batabani ba Ibulaimu; Isaka ne Isi- 28
maeri.

Okwo kwe kuzalibwa kwabwe: omuberyeberye 29
wa Isimaeri, Nebayosi; awo Kedala, ne Adabeeri,
ne Mibusamu, Misima, ne Duma, Masa; Kadada, 30
ne Tema, Yetula, Nafisi, ne Kedema. Abo be 31
bana ba Isimaeri.

Ne batabani ba Ketula, omuzana wa Ibulaimu: 32
oyo nazala Zimulani, ne Yokasani, ne Medani, ne
Midiani, ne Isibaka, ne Suwa. Ne batabani ba
Yokasani; Seba, ne Dedani. Ne batabani ba 33
Midiani; Efa, ne Efera, ne Kanoka, ne Abida, ne
Eridaa. Abo bona bali batabani ba Ketula.

Ibulaimu nazala Isaka. Batabani ba Isaka; 34
Esau ne Isiraeri.

Batabani ba Esau; Erifazi, Leweri, ne Yeusi, 35
ne Yalamu, ne Kola. Batabani ba Erifazi; Te- 36
mani, ne Omala, Zefi, ne Gatamu, Kenazi, ne Ti-
mina, ne Amaleka. Batabani ba Leweri; Nakasi, 37
Zera, ne Sama, ne Miza. Ne batabani ba Seira; 38
Lotani, ne Sobali, ne Zibeoni, ne Ana, ne Disoni, ne
Ezera, ne Disani. Ne batabani ba Lotani; Koli 39
ne Komamu: ne Timina yali mwanyina wa Lotani.
Batabani ba Sobali; Aliani ne Manakasi ne Ebali, 40
Sefi ne Onamu. Ne batabani ba Zibeoni; Aya ne
Ana. Batabani ba Ana; Disoni. Ne batabani ba 41

Disoni ; Kamulani ne Esibani ne Isirani ne Kera-
42 ni. Batabani ba Ezera ; Birikani ne Zaavani, Ya-
43 akani. Batabani ba Disani ; Uzi ne Alani. Kale abo be bakabaka abafuga munsi ya Edomu, kabaka yena nga tanafuga bana ba Isiraeri : Bera mutabani wa Beola ; nerinya lyekibugakye lyali Dinikaba.
44 Bera nafa, Yobabu mutabani wa Zera Owebozera
45 nafuga mu kifokye. Yobabu nafa, Kusamu owe-
46 nsi Yabatemani nafuga mu kifokye. Kusamu nafa, Kadada mutabani wa Bedada eyakuba Midiani mu tale lya Moabu nafuga mu kifokye : nerinya
47 lyekibugakye lyali Avisi. Kadada nafa, Samula
48 Owemasireka nafuga mu kifokye. Samula nafa, Sauli Owerekobosi ekiri ku Muga nafuga mu kifokye.
49 Sauli nafa, Baalikanani mutabani wa Akabola na-
50 fuga mu kifokye. Baalikanani nafa, Kadada nafuga mu kifokye ; nerinya lyekibugakye lyali Pai : ne mukaziwe erinyalye yali Meketaberi muwala
51 wa Matereda : muwala wa Mezakabu. Kadada nafa. Nabakungu ba Edomu be bano ; omukungu
52 Timina, omukungu Aliya, omukungu Yesesi ; omukungu Okolibama, omukungu Era, omukungu Pi-
53 noni ; omukungu Kenazi, omukungu Temani, omu-
54 kungu Mibuzala ; omukungu Magadieri, omukungu Iramu. Abo be bakungu ba Edomu.

2

1 Bano be batabani ba Isiraeri ; Leubeni, Sime-
2 oni, Levi, ne Yuda, Isakali ne Zebuloni ; Dani, Yusufu ne Benyamini, Nafutali, Gada ne Aseri.
3 Batabani ba Yuda ; Era, ne Onani, ne Sera : abo bonsatule bamuzalirwa mu Basisuwa Omukanani.
4 Ne Era, omuberyeberye wa Yuda, yali mubi mu maso ga Mukama ; namuta. Tamala mukamwa-
5 nawe namuzalira Perezi ne Zera. Batabani bona aba Yuda bali batano. Batabani ba Perezi ; Ke-

zeroni ne Kamuli. Ne batabani ba Zera ; Zimiri, 6
ne Esani, ne Kemani, ne Kalikoli, ne Dala : bona
batano. Ne batabani ba Kalimi ; Akali, omute- 7
ganya wa Isiraeri, eyayonona mwekyo ekyawonge-
bwa. Ne batabani ba Esani : Azaliya. Era ba- 8, 9
tabani ba Kezeroni, abamuzalirwa ; Yerameeri, ne
Lamu, ne Kerubai. Lamu nazala Aminadabu ; 10
Aminadabu nazala Nakasoni, omukulu wabana ba
Yuda ; Nakasoni nazala Salima, Salima nazala 11
Boazi ; Boazi nazala Obeda, Obeda nazala Yese ; 12
Yese nazala omuberyeberyewe Eriabu, ne Abina- 13
dabu, ye wokubiri, ne Simea, ye wokusatu ; Ne- 14
saneri, ye wokuna, Ladai, ye wokutano ; Ozemu, 15
ye womukaga, Daudi, ye womusanvu : ne ba- 16
nyina babwe be bano ; Zeruiya ne Abigairi.
Ne batabani ba Zeruiya ; Abisai, ne Yoabu, ne
Asakeri, basatu. Abigairi nazala Amasa : ne ki- 17
tawe wa Amasa yali Yesera Omuisimaeri. Kalebu 18
mutabani wa Kezeroni nazala (abana) mu Azuba
mukaziwe, ne mu Yeriyosi : ne bano be bali bata-
banibe ; Yesera ne Sobabu, ne Alidoni. Azuba 19
nafa, Kalebu nafumbirwa Eferasi, eyamuzalira
Kula. Kula nazala Uli, Uli nazala Bezaleri. 20
Oluvanyuma Kezeroni naingira eri muwala wa 21
Makira kitawe wa Gireada ; gweyafumbirwa nga
yakamaze emyaka nkaga : namuzalira Segubu.
Segubu nazala Yaira, eyalina ebibuga amakumi 22
asatu mu bisatu munsi ya Gireada. Gesula ne 23
Alamu nebabagyako ebibuga bya Yaira, ne Kenasi
nebyalo byako, ebibuga nkaga. Abo bona be bali
batabani ba Makira kitawe wa Gireada. Awo 24
Kezeroni ngamaze okufa mu Kalebu eferasa, Abiya
nuka Kezeroni namuzalira Asikula kitawe wa
Tekoa. Ne batabani ba Yerameeri omuberye- 25
berye wa Kezeroni be bano ; Lamu omuberyebe-
rye, ne Buna, ne Oleni, ne Ozemu, Akiya. Era 26
Yerameeri yalina nomukazi owokubiri erinyalye
Atala ; oyo ye yali nyina Onamu. Ne batabani 27

ba Lamu omuberyeberye wa Yerameeri ye Maazi,
28 ne Yamini, ne Ekera. Ne batabani ba Onamu ye
Samai, ne Yada: ne batabani ba Samai; Nadabu,
29 ne Abisula. Ne muka Abisula erinyalye yali Abi-
30 kairi; namuzalira Abani, ne Molida. Ne bataba-
ni ba Nadabu; Sereda, ne Apaimu: naye Sereda
31 nafa nga talina bana. Ne batabani ba Apaimu;
Isi. Ne batabani ba Isi; Sesani. Ne batabani ba
32 Sesani; Alai. Ne batabani ba Yada, muganda
wa Samai; Yesera, ne Yonasani: Yesera nafa nga
33 talina bana. Ne batabani ba Yonasani; Peresi,
ne Zaza. Abo be bali batabani ba Yerameeri.
34 Awo Sesani teyalina bana ba bulenzi wabula abu-
buwala. Sesani naba nomudu Omumisiri, erinya-
35 lye Yala. Sesani namuwa Yala omuduwe muwa-
36 lawe okumufumbirwa; namuzalira Atai. Atai
37 nazala Nasani, Nasani nazala Zabada; Zabada
38 nazala Efulali, Efulali nazala Obeda; Obeda naza-
39 la Yeku, Yeku nazala Azaliya; Azaliya nazala
40 Kerezi, Kerezi nazala Ereasa; Ereasa nazala Sisi-
41 mai, Sisimai nazala Salumu; Salumu nazala Ye-
42 kamiya, Yekamiya nazala Erisama. Ne batabani
ba Kalebu muganda wa Yerameeri ye Mesa omu-
beryeberyewe, ye yali kitawe wa Zifu: ne bataba-
43 ni ba Malesa kitawe wa Keberoni. Ne batabani
ba Keberoni; Kola, ne Tapua, ne Lekemu, ne Se-
44 ma. Sema nazala Lakamu, kitawe wa Yolikeamu;
45 Lekemu nazala Samai. Ne mutabani wa Samai
yali Maoni: era Maoni yali kitawe wa Besizula.
46 Efa muzana wa Kalebu nazala Kalani, ne Moza, ne
47 Gazezi: Kalani nazala Gazezi. Ne batabani ba
Yadai; Legemu, ne Yosamu, ne Gesani, ne Pereti,
48 ne Efa, ne Saafu. Maaka omuzana wa Kalebu
49 nazala Sebera ne Tirikana. Era nazala ne Saafu
kitawe wa Madamana, Seva kitawe wa Makabena,
era kitawe wa Gibea; ne muwala wa Kalebu yali
50 Akasa. Abo be bali batabani ba Kalebu; muta-
bani wa Kula, omuberyeberye wa Eferasa, Sobali

kitawe wa Kiriasiyealimu; Salima kitawe wa Be- 51
sirekemu, Kalefu kitawe wa Besigadera. Ne Sobali 52
kitawe wa Kiriasiyealimu yalina abana; Kaloe,
ekitundu Kyabamenukosi. Nenganda za Kiriasi- 53
yealimu; Abaisiri, Nabapusi, Nabasumasi, Naba-
misirai; kwabo kwe kwava Abazolasi Nabesitaoli.
Batabani ba Salima; Besirekemu, Nabanetofasi, 54
Aterosibesiyoabu, nekitundu Kyabamanakasi,
Abazola. Nenganda ezabawandisi ababera Eyabe- 55
zi; Abatirasi, Abasimeasi, Abasukasi. Abo be
Bakeni abava ku Kamasi kitawe wekika kya
Lekabu.

3

Era bano be bali batabani ba Daudi, abamuza- 1
lirwa Ekeberoni: omuberyeberye Aminoni, omwa-
na wa Akinoamu Omuyezereeri; owokubiri Da-
nieri, omwana wa Abigairi Omukalameri; owo- 2
kusatu Absalomu, omwana wa Maaka muwala
wa Talimai kabaka Wegesula; owokuna Adoniya
omwana wa Kagisi; owokutano Sefatiya, (omwana) 3
wa Abitali; owomukaga Isireamu, gweyazala mu
Egerasi mukaziwe. Yazalirwa abana mukaga 4
Ekeberoni; era yafugira eyo emyaka musanvu
kemyezi mukaga: ne mu Yerusalemi nafugira
emyaka amakumi asatu mwesatu. Era bano be 5
bamuzalirwa mu Yerusalemi: Simea, ne Sobabu,
ne Nasani, ne Sulemani, abana, (abāna) ba Basi-
suwa muwala wa Amieri: ne Ibukala, ne Erisama, 6
ne Erifereti; ne Noga, ne Nefega, ne Yafiya; ne 7, 8
Erisama, ne Eriada, ne Erifereti, mwenda. Abo 9
bona bali batabani ba Daudi, obutasako bana ba
bazana; era Tamala yali mwanyina wabwe. Ne 10
Lekoboamu ye yali mutabani wa Sulemani, mu-
tabaniwe Abiya, mutabaniwe Asa, mutabaniwe
Yekosafati; mutabaniwe Yolamu, mutabaniwe 11
Akaziya, mutabaniwe Yoasi; mutabaniwe Ama- 12

ziya, mutabaniwe Azaliya, mutabaniwe Yosa-
13 mu; mutabaniwe Akazi, mutabaniwe Kezekiya,
14 mutabaniwe Manase; mutabaniwe Amoni, mu-
15 tabaniwe Yosiya. Ne batabani ba Yosiya; omu-
beryeberye Yokanani, owokubiri Yekoyakimu,
16 owokusatu Zedekiya, owokuna Salumu. Ne ba-
tabani ba Yekoyakimu: Yekoniya mutabaniwe,
17 Zedekiya mutabaniwe. Ne batabani ba Yekoniya
18 omusibe: Sealitieri mutabaniwe, ne Malikiramu,
ne Pedaya, ne Senazala, Yekamiya, Kosama, ne Ne-
19 dabiya. Ne batabani ba Pedaya; Zerubaberi, ne
Simei: ne batabani ba Zerubaberi; Mesulamu, ne
Kananiya; ne Seromisi yali mwanyina wabwe:
20 ne Kasuba, ne Okeri, ne Berekiya, ne Kasadiya;
21 Yusabukeseda, batano. Ne batabani ba Kana-
niya; Peratiya, ne Yesikaya: batabani ba Lefaya,
batabani ba Alinani, batabani ba Obadiya, bata-
22 bani ba Sekaniya. Ne batabani ba Sekaniya;
Semaya: ne batabani ba Semaya; Katusi, ne
Igali, ne Baliya, ne Nealiya, ne Safati, mukaga.
23 Ne batabani ba Nealiya; Eriwenai, ne Kizikiya,
24 ne Azirikamu, basatu. Ne batabani ba Eriwenai;
Kodaviya, ne Eriasibu, ne Peraya, ne Akubu, ne
Yokanani, ne Deraya, ne Anani, musanvu.

4

1 Batabani ba Yuda; Perezi, Kezeroni, ne Ka-
2 lami, ne Kula, ne Sobali. Ne Leaya mutabani
wa Sobali nazala Yakasi; Yakasi nazala Akumai
3 ne Lakada. Ezo ze nda Ezabazolasi. Era bano
be bali (bana ba) kitawe wa Etamu; Yeze-
reeri, ne Isima, ne Idabasi: nerinya lya mwanyi-
4 na wabwe yali Kazereriponi: ne Penueri kitawe
wa Gedola, ne Ezera kitawe wa Kusa. Abo be
batabani ba Kula omuberyeberye wa Eferasa,

kitawe wa Besirekemu. Era Asuli kitawe wa 5
Tekoa yalina abakazi babiri, Kera ne Naala.
Naala namuzalira Akuzamu, ne Kefera, ne Te- 6
meni, ne Kaakasitali. Abo be bali batabani ba
Naala. Ne batabani ba Kera ye Zeresi, Izikala, 7
ne Esinani. Kakozi nazala Anubu, ne Zobeba, 8
nenda za Akalikeri mutabani wa Kalumu. Ya- 9
bezi naba nekitibwa okukira bagandabe: nyina
namutuma erinya Yabezi, ngayogera nti Kubanga
namuzala lwa buinike. Yabezi nakabiriranga 10
Katonda wa Isiraeri, ngayogera nti Singa omp-
erede dala omukisa, nogaziya ensalo yange, era
obanga omukonogwo gunabanga nange nonkuma
obutalaba bubi, buleme okunumya omwoyo!
Katonda namuwa kyeyasaba. Kerubu muganda 11
wa Suwa nazala Mekira, eyali kitawe wa Esitoni.
Esitoni nazala Besirafa, ne Pasea, ne Tekina ki- 12
tawe wa Irinakasi. Abo be basaja Abereka. 13
Ne batabani ba Kenazi; Osinieri ne Seraya: ne
batabani ba Osinieri; Kasasi. Meonosai nazala 14
Ofera: Seraya nazala Yoabu kitawe wa Gekala-
simu; kubanga bali bafundi. Ne batabani ba 15
Kalebu mutabani wa Yefune; Iru, Era, ne Naamu:
ne batabani ba Era; ne Kenazi. Ne batabani ba 16
Yekalereri; Zifu, ne Zifa, ne Tiriya, ne Asaleri.
Ne batabani ba Ezera; Yesera, ne Mereda, ne 17
Efera, ne Yaloni: oyo nazala Miryamu ne Samai,
ne Isiba kitawe wa Esitemoa. Ne mukaziwe 18
Omuyudaya nazala Yereda kitawe wa Gedola, ne
Kebera kitawe wa Soko, ne Yekusieri kitawe wa
Zanoa. Awo abo be batabani ba Bisiya muwala
wa Falao Mereda gweyawasa. Ne batabani ba 19
muka Kodiya mwanyina wa Nakamu ye kitawe
wa Keira Omugalimi, ne Esitemoa Omumaakasi.
Ne batabani ba Simoni; Aminoni, ne Lina, ne 20
Benikanani, ne Tironi. Ne batabani ba Isi; Zo- 21
kesi ne Benizokesi. Batabani ba Sera mutabani
wa Yuda; Era kitawe wa Leka, ne Laada kitawe

wa Malesa, nebika ebyenyumba yabo abaluka
22 bafuta enungi, ebyenyumba ya Asibea; ne Yo-
kimu, nabasaja Abekozeba, ne Yoasi, ne Salafu,
23 abafuganga mu Moabu, ne Yasubirekemu. Era
ebigambo ebyo bya da. Abo be bali abajona, era
abatula mu Netaimu ne mu Gedera: eyo gyeba-
beranga ne kabaka olwomulimugwe.
24 Batabani ba Simeoni; Nemueri, ne Yamini,
25 Yalibu, Zera, Sauli: Salumu mutabaniwe, Mibu-
26 samu mutabaniwe, Misima mutabaniwe. Ne ba-
tabani ba Misima; Kamueri mutabaniwe, Zakula
27 mutabaniwe, Simei mutabaniwe. Simei nazala
abana abobulenzi kumi na mukaga nabobuwala
mukaga; naye bagandabe tebazala bana bangi, so
nekika kyabwe kyona tekyayala okwenkana abana
28 ba Yuda. Nebabera Ebeeriseba, ne Molada, ne
29, 30 Kazalasuali; ne Birika, ne Ezemu, ne Tolada;
31 Besueri, ne Kolima, ne Zikalaga; ne Besimala-
kabosi, ne Kazalasusimu, ne Besibiri, ne Saalaimu.
Ebyo bye byali ebibuga okutusa Daudi lweya-
32 lya. Nebyalo byabwe byali Etamu, ne Aini,
Limoni, ne Tokeni, ne Asani, ebibuga bitano:
33 nebyalo byabwe byona ebyetolode ebibuga ebyo
okutusa Ebaali. Ago ge gali amaka gabwe, era
34 bamanyi amanya ga bajaja babwe. Ne Meso-
babu, ne Yamuleka, ne Yosa mutabani wa Ama-
35 ziya; ne Yoeri, ne Yeku mutabani wa Yosibiya,
36 mutabani wa Seraya, mutabani wa Asieri; ne
Eriwenai, ne Yaakoba, ne Yesokaya, ne Asaya,
37 ne Adieri, ne Yesimieri, ne Benaya; ne Ziza mu-
tabani wa Sifi, mutabani wa Aloni, mutabani wa
Yedaya, mutabani wa Simiri, mutabani wa Se-
38 maya; abo abatudwa amanya gabwe babanga
bakulu mu bika byabwe: nenyumba za bajaja
39 babwe nezeyongera nyo. Nebaja awaingirirwa
mu Gedola, ku luwi lwekiwonvu olwebuvanjuba,
40 okunonyeza ebisibo byabwe omudo. Nebalaba
omudo omugimu omulungi, era ensi yali ngazi

era ngeterede era nga mirembe; kubanga ababeranga omwo oluberyeberye bali ba Kamu. Era 41
abo abawandikidwa amanya gabwe nebaja ku mirembe gya Kezekiya kabaka wa Yuda, nebalumba ewema zabwe, Nabameuni abalabikayo, nebabazikiririza dala, ne lero, nebabera mu kifo kyabwe: kubanga ngeriyo omudo ogwebisibo byabwe. Awo abamu kubo, ku batabani ba 42
Simeoni, abasaja ebikumi bitano, nebagenda ku lusozi Seira, nga balina abakulu babwe Peratiya ne Nealiya ne Lefaya ne Uzieri, batabani ba Isi. Nebakuba ekitundu Kyabamaleka ekyafikawo 43
ekyawona, nebabera eyo ne lero.

5

Ne batabani ba Leubeni omuberyeberye wa 1
Isiraeri, [kubanga ye yali omuberyeberye; naye kubanga yayonona ekiriri kya kitawe, ebyokuzalibwakwe okwoluberyeberye batabani ba Yusufu mutabani wa Isiraeri kyebava babiwebwa; so tavibwako okubala amanya ngokuzalibwa okwoluberyeberye bwekwali. Kubanga Yuda yasinga 2
bagandabe, era muye mwe mwava omulangira; naye ebyokuzalibwa okwoluberyeberye byali bya Yusufu:] batabani ba Leubeni omuberyeberye 3
wa Isiraeri; Kanoka, ne Palu, Kezeroni, ne Kalami. Batabani ba Yoeri; Semaya mutabaniwe, 4
Goga mutabaniwe, Simei mutabaniwe; Mika mutabaniwe, Leaya mutabaniwe, Baali mutabaniwe; 5
Beera mutabaniwe, Tirigasipirinesera kabaka Webwasuli gweyatwala nga musibe: ye yali omukulu Wabaleubeni. Ne bagandabe ngenda zabwe 6
bwezali, okuzalibwa kwabwe bwekwabalibwa; 7
omukulu Yeyeri, ne Zekaliya, ne Bera mutabani 8
wa Azazi, mutabani wa Sema, mutabani wa Yoeri eyabera mu Aloera, okutusa Enebo ne Baali-

9 meoni: nebuvanjuba yabera okutuka awaingi-
rirwa mu lukola okuva ku muga Firati: kubanga
ebisibo byabwe nga byeyongede munsi ya Gi-
10 reada. Awo ku mirembe gya Saulo nebalwana
Nabakagali, nebatibwa nomukono gwabwe: neba-
bera mu wema zabwe okubuna (ensi) yona eri ku
luwi olwebuvanjuba Olwegireada.
11 Awo batabani ba Gada nebabera okubolekera
12 munsi Yebasani okutusa ku Saleka: Yoeri omu-
kulu, ne Safamu owokubiri, ne Yanai, ne Safati
13 mu Basani: ne baganda babwe abomunda za ba-
jaja babwe; Mikaeri, ne Mesulamu, ne Seba, ne
Yolai, ne Yakani, ne Ziya, ne Ebera, musanvu.
14 Abo be bali batabani ba Abakairi mutabani wa
Kuli, mutabani wa Yaloa, mutabani wa Gireada,
mutabani wa Mikaeri, mutabani wa Yekisikai,
15 mutabani wa Yakido, mutabani wa Buzi; Aki
mutabani wa Abudieri, mutabani wa Guni, aba-
16 kulu benyumba za bajaja babwe. Nebabera mu
Gireada mu Basani, ne mu bibuga byako, ne mu
byalo byona ebiriranye Saloni, okutuka ku
17 nsalo zabyo. Abo bona babalibwa ngokuzalibwa
kwabwe bwekwali ku mirembe gya Yosamu ka-
baka wa Yuda, ne ku mirembe gya Yeroboamu
kabaka wa Isiraeri.
18 Batabani ba Leubeni Nabagada, nekitundu kye-
kika kya Manase, ekyabasaja abazira, abasaja aba-
inza okukwata engabo nekitala, nokulasa nemitego,
era abamagezi okulwana, bāli obukumi buna mwe-
nkumi enya mwolusanvu mwenkaga, abainza oku-
19 tabala. Nebalwana Nabakagali, ne Yetula, ne
20 Nafisi, ne Nodabu. Nebaberwa nga balwana nabo,
Abakagali nebagabulwa mu inukono gwabwe ne
bona abali nabo: kubanga nebamukabirira Kato-
nda mu lutalo, nakiriza okwegairirwa bo; kubanga
21 bamwesiga. Nebanyaga ebisibo byabwe; ku nga-
mira zabwe obukumi butano, ne ku ndiga
obusirivu bubiri mwobukumi butano, ne ku ndo-

goi enkumi biri, ne ku bantu kasirivu. Kubanga 22
bangi abagwa nga batidwa kubanga olutalo lwava
eri Katonda. Nebabera mu kifo kyabwe okutuka
ku kutwalibwa.

Awo abana bekitundu kyekika kya Manase 23
nebabera munsi: nebayala okuva ku Basani neba-
tuka ku Baalikeremoni ne Senira nolusozi Kere-
moni. Era bano be bali emitwe gyenyumba za 24
bajaja babwe; Efera, ne Isi, ne Erieri, ne Azi-
rieri, ne Yeremiya, ne Kodaviya, ne Yakadieri,
abasaja abamanyi abazira, abātikirira, emitwe gye-
nyumba za bajaja babwe.

Nebasobya Katonda wa bajaja babwe, nebagenda 25
nga benda okugoberera bakatonda bamawanga
agomunsi Katonda beyasikiririza mu maso gabwe.
Awo Katonda wa Isiraeri nakubiriza omwoyo 26
gwa Puli kabaka Webwasuli nomwoyo gwa Tiri-
gasipirinesera kabaka Webwasuli, nabatwala naba-
gyayo, Abaleubeni Nabagada nekitundu kyekika
kya Manase nabaleta Ekala ne Kabola, ne Kala,
neri omuga Gozani, ne lero.

6

Batabani ba Levi; Geresoni, Kokasi, ne Me- 1
rali. Ne batabani ba Kokasi; Amulamu, Izikala, 2
ne Keberoni, ne Uzieri. Nabana ba Amulamu; 3
Aloni ne Musa ne Miryamu. Ne batabani ba
Aloni; Nadabu ne Abiku, Ereazala ne Isamala.
Ereazala nazala Finekasi, Finekasi nazala Abisu- 4
wa; Abisuwa nazala Buki, Buki nazala Uzi; Uzi 5, 6
nazala Zerakiya, Zerakiya nazala Merayosi; Me- 7
rayosi nazala Amaliya, Amaliya nazala Akitubu;
Akitubu nazala Zadoka, Zadoka nazala Akimaazi; 8
Akimaazi nazala Azaliya, Azaliya nazala Yoka- 9
nani; Yokanani nazala Azaliya, [oyo ye yakolanga 10
omulimu ogwobwakabona mu nyumba Sulemani

11 gyeyazimba mu Yerusalemi]: Azaliya nazala
12 Amaliya, Amaliya nazala Akitubu; Akitubu
13 nazala Zadoka, Zadoka nazala Salumu; Salumu
14 nazala Kirikiya, Kirikiya nazala Azaliya; Azaliya
15 nazala Seraya, Seraya nazala Yekozadaka; Yekozadaka natwalibwa (nga musibe), Mukama bweyatwalira dala Yuda ne Yerusalemi nomukono gwa Nebukadineza.
16 Batabani ba Levi; Geresomu, Kokasi, ne Me-
17 rali. Era gano ge manya ga batabani ba Gere-
18 somu; Libini ne Simei. Ne batabani ba Kokasi ye Amulamu ne Izikala ne Keberoni ne Uzieri.
19 Batabani ba Merali; Makali ne Musi. Era ebyo bye bika Byabalevi (ngenda) za bajaja babwe bwe-
20 zali. Abava ku Geresomu; Libini mutabaniwe,
21 Yakasi mutabaniwe, Zima mutabaniwe: Yoa mutabaniwe, Ido mutabaniwe, Zera mutabaniwe,
22 Yeaserai mutabaniwe. Batabani ba Kokasi; Aminadabu mutabaniwe, Kola mutabaniwe, Asira
23 mutabaniwe; Erikana mutabaniwe, ne Ebiasafu
24 mutabaniwe, ne Asira mutabaniwe; Takasi mutabaniwe, Ulieri mutabaniwe, Uziya mutabaniwe,
25 ne Sauli mutabaniwe. Ne batabani ba Erikana;
26 Amasai, ne Akimosi. Nebya Erikana: batabani ba Erikana; Zofai mutabaniwe, ne Nakasi muta-
27 baniwe; Eriabu mutabaniwe, Yerokamu mutaba-
28 niwe, Erikana mutabaniwe. Ne batabani ba Samuiri; omuberyeberye (Yoeri), nowokubiri Abi-
29 ya. Batabani ba Merali; Mali, Libini mutaba-
30 niwe, Simei mutabaniwe, Uza mutabaniwe; Simea mutabaniwe, Kagiya mutabaniwe, Asaya mutabaniwe.
31 Era Daudi beyafula abakulu bomulimu ogwokuimba mu nyumba ya Mukama, esanduke nge-
32 maze okuwumula, be bano. Nebawereza nenyimba mu maso genyumba eyewema eyokusisinkaniramgamu okutusa Sulemani lweyamala okuzimba enyumba ya Mukama mu Yerusalemi: nebesibira

omulimu gwabwe ngebisanja byabwe bwebyali.
Era bano be besibiranga ne batabani babwe. Ku 33
batabani Babakokasi: Kemani omuimbi, mutabani
wa Yoeri, mutabani wa Samuiri; mutabani wa 34
Erikana, mutabani wa Yerokamu, mutabani wa
Erieri, mutabani wa Toa; mutabani wa Zufu, mu- 35
tabani wa Erikana, mutabani wa Makasi, mutabani
wa Amasai; mutabani wa Erikana, mutabani wa 36
Yoeri, mutabani wa Azaliya, mutabani wa Zefa-
niya; mutabani wa Takasi, mutabani wa Asira, 37
mutabani wa Ebiasafu, mutabani wa Kola; mu- 38
tabani wa Izikala, mutabani wa Kokasi, mutabani
wa Levi, mutabani wa Isiraeri. Ne mugandawe 39
Asafu, eyaimiriranga ku mukonogwe ogwadyo,
Asafu mutabani wa Berakiya, mutabani wa Simea;
mutabani wa Mikaeri, mutabani wa Baaseya, 40
mutabani wa Malikiya; mutabani wa Eseni, mu- 41
tabani wa Zera, mutabani wa Adaya; mutabani 42
wa Esani, mutabani wa Zima, mutabani wa Simei;
mutabani wa Yakasi, mutabani wa Geresomu, 43
mutabani wa Levi. Ne ku mukono gwabwe 44
ogwa kono baganda babwe batabani ba Merali:
Esani, mutabani wa Kisi, mutabani wa Abudi,
mutabani wa Maluka; mutabani wa Kasi- 45
kabiya, mutabani wa Amaziya, mutabani wa
Kirikiya; mutabani wa Amuzi, mutabani wa 46
Bani, mutabani wa Semera; mutabani wa Mali, 47
mutabani wa Musi, mutabani wa Merali, mutabani
wa Levi. Ne baganda babwe Abalevi nebateke- 48
rwawo okuwereza kwona okwomuwema eyenyu-
mba ya Katonda.

Naye Aloni ne batabanibe, nebawerangayo ku 49
kyoto ebiwebwayo ebyokebwa ne ku kyoto ekyo-
kwoterezangako obubane, olwomulimu gwona
ogwomukifo ekitukuvu enyo, nokutangiriranga
Isiraeri, nga byona bwebiri Musa omudu wa Kato-
nda byeyalagira. Era bano be batabani ba Aloni; 50
Ereazala mutabaniwe, Finekasi mutabaniwe, Abi-

51 suwa mutabaniwe ; Buki mutabaniwe, Uzi muta-
52 baniwe, Zerakiya mutabaniwe ; Merayosi muta-
baniwe, Amaliya mutabaniwe, Akitubu mutaba-
53 niwe ; Zadoka mutabaniwe, Akimaazi mutaba-
niwe.

54 Era bino bye bifo byabwe ebyokuberamu, nge-
nsisira zabwe bwezali mu nzalo zabwe : nebawa
batabani ba Aloni, abokunda Zabakokasi, kuba-
55 nga abo akalulu (bekasoka) okugwira, abo neba-
bawa Keberoni munsi ya Yuda, nebyalo byakyo
56 ebikyetolode ; naye enimiro ezokukibuga nebyalo
byako, nebabiwa Kalebu mutabani wa Yefune.
57 Ne batabani ba Aloni nebabawa ebibuga ebyoku-
dukiramu, Keberoni ; era ne Libina nebyalo
58 byako, ne Yatira, ne Esitemoa nebyalo byako ; ne
59 Kireni nebyalo byako, Debira nebyalo byako ; ne
Asani nebyalo byako, ne Besisemesi nebyalo bya-
60 ko ; nebyagyibwa ku kika kya Benyamini ; Geba
nebyalo byako, ne Alemesi nebyalo byako, ne
Anasosi nebyalo byako. Ebibuga byabwe byona
okubuna enda zabwe zona byali ebibuga kumi ne-
61 bisatu. Ne batabani abalala aba Kokasi (nebawe-
bwa) nobululu ebibuga kumi ebyagyibwa kunda
yekika, ku kitundu kyekika, ekitundu kya Ma-
62 nase. Ne batabani ba Geresomu ngenda zabwe
bwezali nebawebwa ebibuga kumi nebisatu, eby-
agyibwa ku kika kya Isakali ne ku kika kya Aseri
ne ku kika kya Nafutali ne ku kika kya
63 Manase mu Basani. Batabani ba Merali (neba-
webwa) nobululu ngenda zabwe bwezali ebibuga
kumi nebibiri, ebyagyibwa ku kika kya Leu-
beni ne ku kika kya Gada ne ku kika kya Zebu-
64 luni. Abana ba Isiraeri nêbabawa Abalevi ebi-
65 buga nebyalo byako. Nebawa nobululu ebibuga
ebyagyibwa ku kika kyabana ba Yuda ne ku kika
kyabana ba Simeoni ne ku kika kyabana ba Benya-
66 mini, bibino ebyatudwa amanya gabyo. Era enda
ezimu ezokubatabani ba Kokasi balina ebibuga

ebyokunsalo zabwe ebyagyibwa ku kika kya Eferaimu. Nebabawa ebibuga ebyokudukiramu, Se- 67
kemu munsi eyensozi eya Eferaimu nebyalo bya-
ko; ne Gezera nebyalo byako; ne Yokameamu 68
nebyalo byako, ne Besikoloni nebyalo byako; ne 69
Ayaloni nebyalo byako, ne Gasirimoni nebyalo
byako: nebyagyibwa ku kitundu kyekika kya 70
Manase; Anera nebyalo byako, ne Bireamu ne-
byalo byako, okuba ebyabo abasigade kunda ya
batabani ba Kokasi. Batabani ba Geresomu (ne- 71
bawebwa), ebyagyibwa kunda yekitundu kyekika
kya Manase, Golani mu Basani nebyalo byako, ne
Asitalosi nebyalo byako: nebyagyibwa ku kika 72
kya Isakali; Kedesi nebyalo byako, Daberasi ne-
byalo byako; ne Lamosi nebyalo byako, ne Ane- 73
mu nebyalo byako: ne ku kika kya Aseri; Masali 74
nebyalo byako, ne Abudoni nebyalo byako; ne 75
Kukoka nebyalo byako, ne Lekobu nebyalo bya-
ko: ne ku kika kya Nafutali; Kedesi ekyomu 76
Galiraya nebyalo byako, ne Kamoni nebyalo bya-
ko, ne Kiriasaimu nebyalo byako. (Nabalevi) 77
abasigade, batabani ba Merali, (nebawebwa), ebya-
gyibwa ku kika kya Zebuluni, Limono nebyalo
byako, Tabola nebyalo byako: era emitala wa 78
Yolidani Yeriko, ku luwi lwa Yolidani olwebuva-
njuba, (nebawebwa), ebyagyibwa ku kika kya
Leubeni, Bezera ekiri mu lukola nebyalo byako,
ne Yaza nebyalo byako, ne Kedemosi nebyalo 79
byako, ne Mefaasi nebyalo byako: nebyagyibwa 80
ku kika kya Gada; Lamosi ekiri mu Gireada ne-
byalo byako, ne Nakanaimu nebyalo byako, ne 81
Keseboni nebyalo byako, ne Yazera nebyalo
byako.

7

1 NEBYAGYIBWA ku batabani ba Isakali ; Tola, ne
2 Puwa, Yasubu, ne Simironi, ebina. Ne batabani
ba Tola ; Uzi, ne Lefaya, ne Yerieri, ne Yamai, ne
Ibusamu, ne Semueri, emitwe gyenyumba za ba-
jaja babwe, aba Tola ; abasaja abamanyi abazira
mu mirembe gyabwe : ku mirembe gya Daudi
omuwendo gwabwe gwali obukumi bubiri mwe-
3 nkumi biri mu lukaga. Ne batabani ba Uzi ; Izi-
rakiya : ne batabani ba Izirakiya ; Mikaeri, ne
Obadiya, ne Yoeri, Isiya, abatano : bona basaja
4 bakulu. Era ngokuzalibwa kwabwe bwekwali,
ngenyumba za bajaja babwe bwezali, ebibina byo-
mugye byali wamu nabo olwokulwana, obukumi
busatu mu kakaga : kubanga balina abakazi bangi
5 nabana bangi. Ne baganda babwe bona nga baba-
libwa ngokuzalibwa kwabwe bwekwali, abasaja
abamanyi abazira, bali obukumi munana mu
kasanvu.
6 (Batabani ba) Benyamini ; Bera, ne Bekera, ne
7 Yedivaeri, abasatu. Ne batabani ba Bera ; Eziboni,
ne Uzi, ne Uzieri, ne Yerimosi, ne Iri, abatano ;
emitwe gyenyumba za bajaja babwe, abasaja abama-
nyi abazira ; era babalibwa ngokuzalibwa kwabwe
bwekwali, obukumi bubiri mwenkumi biri mwa-
8 makumi asatu mu bana. Ne batabani ba Bekera ;
Zemira, ne Yoasi, ne Erieza, ne Eriwenai, ne Omiri,
ne Yeremosi, ne Abiya, ne Anasosi, ne Alemesi.
9 Abo bona bali batabani ba Bekera. Era babalibwa
ngokuzalibwa kwabwe bwekwali, nga bwebalirana,
emitwe gyenyumba za bajaja babwe, abasaja aba-
manyi abazira, obukumi bubiri mwebikumi bibiri.
10 Ne batabani ba Yediyaeri ; Birikani ; ne batabani
ba Birikani ; Yeusi, ne Benyamini, ne Ekuda, ne
Kenaana, ne Zesani, ne Talasisi, ne Akisakala.
11 Abo bona bali bana ba Yediyaeri, ngemitwe (gye-

nyumba) za bajaja babwe bwegyali, abasaja aba-
manyi abazira, kakumi mu kasanvu mwebikumi
bibiri, abainza okutabala mugye okulwana. Supi- 12
mu naye, ne Kupimu, batabani ba Ira, Kusimu,
batabani ba Akera.

Batabani ba Nafutali; Yazieri, ne Guni, ne Ye- 13
zera, ne Salumu, batabani ba Birika.

Batabani ba Manase; Asirieri, (mukaziwe) gwe- 14
yazala: [muzanawe Omwalamu yazala Makira kita-
we wa Gireada: Makira nawasa omukazi owoku 15
Kupimu ne Supimu, erinya lya mugandawe Ma-
aka;] nerinya lyowokubiri lyali Zerofekada:
Zerofekada nazala abana ba buwala. Maaka 16
muka Makira nazala omwana owobulenzi, namu-
tuma erinyalye Peresi; nerinya lya mugandawe
lyali Seresi; ne batabanibe Ulamu ne Lakemu.
Ne batabani ba Ulamu; Bedani. Abo be bali bata- 17
bani ba Gireada mutabani wa Makira, mutabani
wa Manase. Ne mwanyina Kamolekesi nazala 18
Isoda, ne Abiezera, ne Mala. Ne batabani ba 19
Semida ye Akiani, ne Sekemu, ne Liki, ne
Aniamu.

Ne batabani ba Eferaimu; Susera, ne Bereda 20
mutabaniwe, ne Takasi mutabaniwe, ne Ereada
mutabaniwe, ne Takasi mutabaniwe, ne Zabada 21
mutabaniwe, ne Susera mutabaniwe, ne Ezera, ne
Ereada, abasaja Abegasi abazalibwa munsi bebata,
kubanga baserengeta okubagyako ebisibo byabwe.
Eferaimu kitabwe nakungubagira enaku nyingi, 22
bagandabe nebaja okumukubagiza. Naingira eri 23
mukaziwe naba olubuto nazala omwana owobule-
nzi, namutuma erinyalye Beriya, kubanga abomu-
nyumbaye balaba akabi. Ne muwalawe yali 24
Seera, eyazimba Besikoloni, ekya wansi nekye-
ngulu, ne Uzeniseera. Ne Lefa ye yali mutaba- 25
niwe, ne Lesefu, ne Tera mutabaniwe, ne Takani
mutabaniwe; Ladani mutabaniwe, Amikuda 26
mutabaniwe, Erisama mutabaniwe; Nuni muta- 27

28 baniwe, Yosuwa mutabaniwe. Nebifo byabwe
byebalya era byebaberamu bye bino; Beseri ne-
bibuga byako, nebuvanjuba Naalani, nebugwa-
njuba Gezera, nebibuga byako; era ne Sekemu
nebibuga byako, okutuka ku Aza nebibuga byako:
29 nawali ensalo ezabana ba Manase Besiseani nebi-
buga byako, Taanaka nebibuga byako, Megido
nebibuga byako, Dola nebibuga byako. Omwo
abana ba Yusufu mutabani we Isiraeri mwebabera.
30 Batabani ba Aseri; Imuna, ne Isiva, ne Isivi,
31 ne Beriya, ne Sera mwanyina wabwe. Ne bata-
bani ba Beriya; Kebera, ne Malikieri, ye kitawe
32 wa Birizaisi. Kebera nazala Yafuleti, ne Somera,
33 ne Kosamu, ne Suwa, mwanyina wabwe. Ne ba-
tabani ba Yafuleti; Pasaka, ne Bimukali, ne Asi-
34 vasi. Abo be bana ba Yafuleti. Ne batabani aba
35 Semera; Aki, ne Loga, Yekuba, ne Alamu. Ne
batabani ba Keremu mugandawe; Zofa, ne Imuna,
36 ne Seresi, ne Amali. Batabani ba Zofa; Suwa,
37 ne Kalinefera, ne Suali, ne Beri, ne Imula; Bezera,
ne Koda, ne Sama, ne Sirisa, ne Isirani, ne Beera.
38 Ne batabani ba Yesera; Yefune, Pisipa, ne Ala.
39 Ne batabani ba Ula; Ala, ne Kanieri, ne Liziya.
40 Abo bona bali bana ba Aseri, emitwe gyenyumba
za bajaja babwe, abasaja abazira abalonde abama-
nyi, aboluberyeberye mu bakulu. Nomuwendo
gwabwe ogwabalibwa ngokuzalibwa kwabwe bwe-
kwali, olwokukola omulimu ogwokulwana, gwali
abasaja obukumi bubiri mu kakaga.

8

1 Ne Benyamini nazala Bera omuberyeberyewe,
2 Asiberi owokubiri, ne Akala owokusatu; Noka
3 owokuna, ne Lafa owokutano. Ne Bera yalina
4 batabanibe, Adala, ne Gera, ne Abikuda; ne Abi-

suwa, ne Naamani, ne Akoa ; ne Gera, ne Sefufani, 5
ne Kulamu. Era bano be batabani ba Ekuda : 6
gino gye mitwe (gyenyumba) za bajaja babwe
ezabo abali mu Geba, nebabatwala Emanakasi nga
basibe : ne Naamani ne Akiya ne Gera nabatwala 7
nga basibe ; nazala Uza ne Akikuda. Sakalaimu 8
nazala abana mu nimiro ya Moabu bweyamala
okubasindika ; Kusimu ne Baala be bali bakazibe.
Nazala mu Kodesi mukaziwe Yobabu, ne Zibiya, 9
ne Mesa, ne Malikamu ; ne Yeuzi, ne Sakiya, ne 10
Mirima. Abo be bali batabanibe, emitwe (gyenyu-
mba) za bajaja babwe. Nazala mu Kusimu Abitu- 11
bu ne Eripaali. Ne batabani ba Eripaali ; Ebera 12
ne Misamu ne Semeda, eyazimba Ono ne Loda,
wamu nebibuga byako: ne Beriya ne Sema, emitwe 13
(gyenyumba) za bajaja babwe ezabo ababera Aya-
loni, abagoba abo abali Egasi ; ne Akio, Sasaka, 14
ne Yeremosi ; ne Zebadiya, ne Alada, ne Edera ; 15
ne Mikaeri, ne Isipa, ne Yoka, batabani ba Beriya ; 16
ne Zebadiya, ne Mesulamu, ne Kiziki, ne Kebera ; 17
ne Isimerai, ne Iziriya, ne Yobabu, batabani ba 18
Eripaali ; ne Yakimu, ne Zikiri, ne Zabudi; ne 19, 20
Elienai, ne Ziresai, ne Elieri ; ne Adaya, ne Be- 21
raya, ne Simulasi, batabani be Simei ; ne Isipani, 22
ne Ebera, ne Elieri ; ne Abudoni, ne Zikiri, ne 23
Kanani ; ne Kananiya, ne Elamu, ne Anisosiya ; 24
ne Ifudeya, ne Penueri, batabani ba Sasaka ; ne 25, 26
Samuserai, ne Sekaliya, ne Asaliya ; ne Yaalesiya, 27
ne Eriya, ne Zikiri, batabani ba Yerokamu. Abo 28
be bali emitwe (gyenyumba) za bajaja babwe oku-
buna emirembe gyabwe, abasaja abakulu : abo ba-
beranga mu Yerusalemi. Era kitawe wa Gibeoni 29
nabera mu Gibeoni, (Yeyeri,) mukaziwe erinyalye
Maaka : ne mutabaniwe omuberyeberye Abudoni, 30
ne Zula, ne Kisi, ne Baali, ne Nadabu ; ne Gedola, 31
ne Akio, ne Zekera. Mikirosi nazala Simea. Era 32
nabo babera ne baganda babwe Eyerusalemi,
okwolekera baganda babwe. Nera nazala Kisi ; 33

Kisi nazala Saulo; Saulo nazala Yonasani, ne
34 Malikisuwa, ne Abinadabu, ne Esibaali. Era
Meribaali ye yali mutabani wa Yonasani; Meri-
35 baali nazala Mika. Ne batabani ba Mika; Pisoni,
36 ne Mereka, ne Talea, ne Akazi. Akazi nazala
Yekoada; Yekoada nazala Alemesi, ne Azimavesi,
37 ne Zimiri; Zimiri nazala Moza: ne Moza nazala
Binea; Lafa ye yali mutabaniwe, Ereasa muta-
38 baniwe, Azeri mutabaniwe: Azeri nazala batabanibe mukaga, amanya gabwe gagano; Azirikamu, Bokeru, ne Isimaeri, ne Sealiya, ne Obadiya, ne
39 Kanani. Abo bona bali batabani ba Azeri. Ne batabani ba Eseka mugandawe; Ulamu omuberyeberyewe, Yeusi owokubiri, ne Erifereti owokusatu.
40 Ne batabani ba Ulamu nebaba basaja abamanyi abazira, abalasi. era balina batabani babwe bangi, nabazukulu, kikumi mwatano. Abo bona bali ku batabani ba Benyamini.

9

1 Awo Isiraeri yena nebabalibwa ngokuzalibwa kwabwe bwekwali; era, laba, kwawandikibwa mu kitabo kya bakabaka ba Isiraeri: Yuda natwalibwa Ebabuloni nga basibe olwokusobya kwabwe.
2 Awo abantu abasoka okubera mu bifo byabwe byebalya mu bibuga byabwe be bano, Isiraeri,
3 bakabona, Abalevi, Nabanesinimu. Ne mu Yerusalemi nemuberamu ku bana ba Yuda, ne ku bana ba Benyamini, ne ku bana ba Eferaimu ne Mana-
4 se; Usai mutabani wa Amikuda, mutabani wa Omiri, mutabani wa Imiri, mutabani wa Bani,
5 owokubana ba Perezi mutabani wa Yuda. Ne ku Basiro; Asaya omuberyeberye, ne batabanibe.
6 Ne ku batabani ba Zera; Yeweri, ne baganda
7 babwe, lukaga mu kyenda. Ne ku batabani ba Benyamini; Salu mutabani wa Mesulamu, muta-

bani wa Kodaviya, mutabani wa Kasenuwa; ne 8
Ibuneya mutabani wa Yerokamu, ne Era mutabani
wa Uzi, mutabani wa Mikiri, ne Mesulamu muta-
bani wa Sefatiya, mutabani wa Leweri, mutabani
wa Ibuniya; ne baganda babwe ngokuzalibwa 9
kwabwe bwekwali, lwenda mwatano mu mukaga.
Abasaja abo bona nga mitwe gya (nyumba) za
bajaja babwe, ngenyumba za bajaja babwe bwe-
zali.

Ne ku bakabona; Yedaya, ne Yekoyalibu, 10
Yakini; ne Azaliya mutabani wa Kirikiya, mu- 11
tabani wa Mesulamu, mutabani wa Zadoka, mu-
tabani wa Merayosi, mutabani wa Akitubu, omu-
kulu wenyumba ya Katonda; ne Adaya mutabani 12
wa Yerokamu, mutabani wa Pasula, mutabani wa
Malikiya, ne Maasai mutabani wa Adieri, muta-
bani wa Yazera, mutabani wa Mesulamu, muta-
bani wa Mesiremisi, mutabani wa Imera; ne 13
baganda babwe emitwe gyenyumba za bajaja
babwe, lukumi mu lusanvu mwenkaga; abasaja
abainziza dala omulimu ogwokuwereza mu nyu-
mba ya Katonda. Ne ku Balevi; Semaya mu- 14
tabani wa Kasubu, mutabani wa Azirikamu, mu-
tabani wa Kasabiya, owokubatabani ba Merali:
ne Bakabakala, Keresi, ne Galali, ne Mataniya 15
mutabani wa Mika, mutabani wa Zikiri, muta-
bani wa Asafu; ne Obadiya mutabani wa Se- 16
maya, mutabani wa Galali, mutabani wa Yedu-
suni, ne Berekiya mutabani wa Asa, mutabani
wa Erikana, eyabera mu byalo Ebyabanetofa.
Nabagazi; Salumu, ne Akubu, ne Talimoni, ne 17
Akimani, ne baganda babwe: Salumu ye yali
omukulu; eda (abalindiriranga) mu muzigo gwa 18
kabaka ebuvanjuba: be bali abagazi abolusisira
lwabana ba Levi. Ne Salumu mutabani wa Kole, 19
mutabani wa Ebiasafu, mutabani wa Kola, ne
bagandabe abomunyumba ya kitawe, Abakola,
be balabirira omulimu ogwokuwereza, abagazi

benzigi zewema: ne bajaja babwe be babanga
20 abakulu bolusisira lwa Mukama, abagazi bomu-
zigo; ne Finekasi mutabani wa Ereazala ye yaba-
nga omukulu wabwe mu biro ebyeda, (era) Mu-
21 kama yabanga naye. Zekaliya mutabani wa
Meseremiya ya yali omugazi owokulugi lwewema
22 eyokusisinkanirangamu. Abo bona abalondebwa
okuba abagazi ku nzigi bali ebikumi bibiri mu
kumi mu babiri. Abo babalibwa ngokuzalibwa
kwabwe bwekwali mu byalo byabwe, Daudi ne
Samuiri nabi bebayawulira omulimu gwabwe
23 ogwatekebwawo. Awo bo nabana babwe nebaba
nomulimu ogwokulabirira enzigi zenyumba ya
24 Mukama, enyumba eyewema, mu bisanja. Aba-
gazi baberanga ku njuwi enya, ebuvanjuba nebu-
gwanjuba nebukika obwa kono nebukika obwa-
25 dyo. Ne baganda babwe mu byalo byabwe bali
ba kujanga nga waisewo enaku musanvu buli
26 kisera okubera awamu nabo: kubanga abagazi
abana abasinga obukulu, Abalevi, balina omuli-
mu ogwatekebwawo, nga be bakulu benju era
27 abamawanika mu nyumba ya Katonda. Neba-
sula okwetolola enyumba ya Katonda, kubanga
be bakwasibwa omulimu ogwokugikuma, noku-
gigulawo buli nkya nga gwe mulimu gwabwe.
28 Era abamu kubo nebakwasibwa ebintu ebiwereza
okubikuma; kubanga bwebyaingizibwanga nebi-
balibwanga, era bwebyafulumizibwanga nebiba-
29 libwanga. Era abamu kubo nebalagirwa ebi-
koza emirimu nebintu byona ebyomuwatukuvu,
nobuta obulungi, nomwenge, namafuta, nomu-
30 gavu, nebyakalosa. Era abamu ku bana ba
bakabona nebalongosanga kalifuwa owebyakalosa.
31 Ne Matisiya, omu ku Balevi, omuberyeberye wa
Salumu Omukola, ye yalina omulimu ogwateke-
bwawo ogwokulabirira ebyo ebyasikirwanga mu
32 mumbiro. Era abamu ku baganda babwe ku
bana ba Babakokasi be balabiriranga emigati

egyokulaga, okugirongosanga buli sabiti. Era 33
bano be baimbi, emitwe (gyenyumba) za bajaja
babwe Ezabalevi, (abasula) munju (era) abaso-
nyibwa (okuwereza okulala:) kubanga bakolanga
omulimu gwabwe emisana nekiro. Abo be bali
emitwe (gyenyumba) za bajaja babwe Ezabalevi, 34
okubuna emirembe gyabwe, abasaja abasinga obu-
kulu: abo baberanga Eyerusalemi.

Ne kitawe wa Gibeoni nabera mu Gibeoni, 35, 36
Yeyeri, mukaziwe erinyalye Maaka: ne mutaba-
niwe omuberyeberye Abudoni, ne Zula, ne Kisi, 37
ne Baali, ne Nera, ne Nadabu; ne Gedola, ne
Akio, ne Zekaliya, ne Mikalosi. Mikalosi nazala 38
Simeamu. Era nabo nebabera ne baganda babwe
Eyerusalemi, nga bolekera baganda babwe. Nera 39
nazala Kisi. Kisi nazala Saulo; Saulo nazala
Yonasani, ne Malikisuwa, ne Abinadabu, ne Esi-
baali. Ne Meribubaali ye yali mutabani wa 40
Yonasani; Meribubaali nazala Mika. Ne bata- 41
bani ba Mika; Pisoni, ne Mereka, ne Talea, (ne
Akazi). Akazi nazala Yala; Yala nazala Ale- 42
mesi, ne Azimavesi, ne Zimiri; Zimiri nazala 43
Moza: Moza nazala Binea; ne Lefaya mutaba-
niwe, Ereasa mutabaniwe, Azeri mutabaniwe:
Azeri nazala batabanibe mukaga, amanya gabwe 44
gagano; Azirikamu, Bokeru, ne Isimaeri, ne
Sealiya, ne Obadiya, ne Kanani: abo be bali
batabani ba Azeri.

10

Awo Abafirisiti nebalwana ne Isiraeri: abasaja 1
ba Isiraeri nebaduka Abafirisiti, nebagwa nga
batidwa ku lusozi Giriboa. Abafirisiti nebamu- 2
coca Saulo ne batabanibe; Abafirisiti nebata Yo-
nasani, ne Abinadabu, ne Malikisuwa, batabani
ba Saulo. Awo olutalo nerumuba bubi Saulo, 3
abalasi nebamutukako; neyeralikirira olwabalasi.

4 Awo Saulo nagamba oyo eyasitula ebyokulwa-
nyisabye nti Sowola ekitalakyo onfumitire dala
nakyo; abatali bakomole abo baleme okuja neba-
nswaza. Naye eyasitula ebyokulwanyisabye na-
gana; kubanga yatya nyo. Saulo kyeyava adira
5 ekitalakye nakigwako. Awo eyasitula ebyoku-
lwanyisabye bweyalaba Saulo ngafude, era naye
6 nagwa ku kitalakye nafa. Saulo nafa bwatyo ne
batabanibe bonsatule; nabomunyumbaye bona
7 nebafira wamu. Awo abasaja bona aba Isiraeri
abali mu kiwonvu bwebalaba nga baduse, era nga
Saulo ne batabanibe bafude, nebaleka ebibuga bya-
bwe nebaduka; Abafirisiti nebaja nebabiberamu.
8 Awo olwatuka olwokubiri, Abafirisiti bwebaja
okwambuza abatidwa, nebasanga Saulo ne bata-
9 banibe nga bagude ku lusozi Giriboa. Neba-
mwambuza, nebadira omutwegwe nebyokulwa-
nyisabye, nebatuma munsi Yabafirisiti enjuwi
zona, okutwala ebigambo ebyo eri ebifananyi
10 byabwe, neri abantu. Nebateka ebyokulwanyi-
sabye mu nyumba ya bakatonda babwe, neba-
11 simba omutwegwe mu nyumba ya Dagoni. Awo
Abeyabesigireada bona bwebawulira byona Aba-
12 firisiti byebakoze Saulo, abazira bona nebagolo-
koka nebagyayo omulambo gwa Saulo nemira-
mbo gya batabanibe, nebagireta Eyabesi, neba-
zika amagumba gabwe wansi womwera Eyabesi,
13 nebasibira enaku musanvu. Bwatyo Saulo nafa
olwokusobyakwe kweyasobya Mukama, olweki-
gambo kya Mukama kyatakwata; era kubanga
yalagulwa eri eyaliko omuzimu, okumubulizamu,
14 natalagulwa eri Mukama: kyeyava amuta, na-
kyusa obwakabaka eri Daudi mutabani wa Yese.

11

Awo Abaisiraeri bona nebakunganira eri Daudi 1
Ekeberoni, nga bogera nti Laba, tuli ba ku
magumbago na mubirigwo. Mu biro ebyeda 2
Saulo bweyali nga ye kabaka, gwe wafulumyanga
noingiza Isiraeri: Mukama Katondawo naku-
gamba nti Gwolirunda abantu bange Isiraeri, era
gwoliba mulangira wabantu bange Isiraeri. Awo 3
abakade bona aba Isiraeri nebaja eri kabaka Eke-
beroni; Daudi nalagana nabo endagano Ekebe-
roni mu maso ga Mukama; nebamufukako Daudi
amafuta okuba kabaka wa Isiraeri, ngekigambo
kya Mukama bwekyali mu mukono gwa Samuiri.
Awo Daudi ne Isiraeri yena nebagenda Eyeru- 4
salemi [ye Yebusi;] era Abayebusi, be bomunsi,
bali eyo. Awo Abayebusi nebagamba Daudi nti 5
Toja kuingira muno. Naye Daudi namenya
ekigo kya Sayuni; ekyo kye kibuga kya Daudi.
Daudi nayogera nti Buli anasoka okugoba Abaye- 6
busi yaliba omukulu era omwami. Awo Yoabu
mutabani wa Zeruiya nasoka okulinya, nafuka
mukulu. Daudi nabera mu kigo; kyebava baki- 7
tuma ekibuga kya Daudi. Nazimba ekibuga 8
enjuwi zona, okuva Emiro nenjuwi zona: Yoabu
nadabiriza ebitundu byekibuga ebyasigala. Daudi 9
neyeyongerayongera okuba omukulu; kubanga
Mukama owegye ngali naye.

Era bano be basinga obukulu mu bazira Daudi 10
beyalina, aberaga nga ba manyi eri ye mu bwa-
kabakabwe wamu ne Isiraeri yena, okumufula
kabaka, ngekigambo kya Mukama bwekyali ekya
Isiraeri. Era guno gwe muwendo gwabamanyi 11
Daudi beyalina: Yasobeamu, omwana Womuka-
kamoni, omukulu wabo amakumi asatu: yaimusa
efumulye okulwana nebikumi bisatu nabata omu-
lundi gumu. Noluvanyuma lwoyo Ereazala muta- 12
bani wa Dodo, Omwakoa, owokubasaja abamanyi

13 abasatu. Oyo yali wamu ne Daudi Epasidamimu,
era Abafirisiti nebakunganira eyo okulwana, awali
omusiri ogwa sairi; abantu nebaduka mu maso
14 Gabafirisiti. Nebaimirira wakati mu nimiro ne-
bagulwanirira, nebata Abafirisiti; Mukama naba-
15 lokola nokuwangula okukulu. Awo abasatu ku
bakulu amakumi asatu nebaserengeta eri olwazi
eri Daudi, mu mpuku ya Adulamu; egye Lya-
16 bafirisiti nga basiside mu kiwonvu Lefaimu. Era
Daudi yali ali mu kidukiro mu biro ebyo, Naba-
firisiti abomukigo nga bali mu Besirekemu.
17 Daudi neyegomba nayogera nti Singa wabadewo
ananywesa ama'zi agomuluzi Olwebesirekemu,
18 oluliranye omuzigo! Awo abo abasatu nebawa-
guza mugye Lyabafirisiti, nebasena ama'zi mu
luzi Olwebesirekemu olwalirana omuzigo, neba-
gatwala nebagaletera Daudi: naye Daudi nata-
kiriza kunywako, naye nagafuka eri Mukama,
19 nayogera nti Katonda wange akidize eri gye-
ndi nze okukola bwentyo: nywe omusai gwa-
basaja bano abavude mu bulamu bwabwe? kubanga bagalese nga bavude mu bulamu bwa-
bwe. Kyeyava agana okuganywa. Ebyo aba-
20 saja abo abamanyi abasatu byebakola. Era Abi-
sai muganda wa Yoabu ye yali omukulu waba-
satu: kubanga yaimusa efumulye okulwana ne-
bikumi bisatu nabata, nayatikirira mu basatu.
21 Mwabo abasatu yali nekitibwa okusinga ababiri,
nafuka omukulu wabwe: naye natabenkana
22 abasatu (aboluberyeberye). Benaya mutabani
wa Yekoyada omwana womuzira Owekabuzeeri,
eyali akoze ebyamanyi, oyo nata (batabani) bombi
(aba) Alieri owa Moabu: era naserengeta nata
empologoma wakati mu bunya mu biro ebyomu-
23 zira. Era nata Omumisiri, omusaja omuwanvu
enyo, obuwanvubwe emikono etano; era Omu-
misiri yali akute mu ngaloze efumu eryali ngo-
muti ogulukirwako engoye; yaserengeta gyali

ngalina omugo, nasika efumu naligya mu mu-
kono Gwomumisiri, namuta nefumulye ye. Ebyo 24
Benaya mutabani wa Yekoyada byeyakola, naya-
tikirira mu basaja abo abamanyi abasatu. Laba, 25
yali nekitibwa okusinga abo amakumi asatu,
naye natabenkana abasatu (aboluberyeberye):
Daudi namufula omukulu wabambowabe.

Era abasaja abamanyi abomugye; Asakeri 26
muganda wa Yoabu, Erikanani mutabani wa
Dodo Owebesirekemu; Samosi Omukaloli, Ke- 27
rezi Omuperoni; Ira mutabani wa Ikesi Omu- 28
tekoa, Abiezera Omwanasosi; Sibekai Omu- 29
kusasi, Irai Omwakoa; Makalai Omunetofa, Ke- 30
reda mutabani wa Baana Omunetofa; Isai muta- 31
bani wa Libai Owegibea owokubana ba Benya-
mini, Benaya Omupirasoni; Kulai owenzi'zi 32
Ezegaasi, Abieri Omwalaba; Azimavesi Omu- 33
bakulimu, Eriaba Omusaaliboni; batabani ba 34
Kasemu Omugizoni, Yonasani mutabani wa Sage 35
Omukalali; Akiamu mutabani wa Sakala Omu-
kalali, Erifali mutabani wa Ula; Kefera Omu- 36
mekera, Akiya Omuperoni; Kezero Omukala- 37
meri, Naalai mutabani wa Ezibai; Yoeri mu- 38
ganda wa Nasani, Mibukala mutabani wa Ka-
geri; Zereka Omwamoni, Nakalai Omubeerosi, 39
eyamukwatiranga Yoabu mutabani wa Zeruiya
ebyokulwanyisabye; Ira Omuisiri, Galebu Omu- 40
isiri; Uliya Omukiti, Zabada mutabani wa 41
Akalai; Adina mutabani wa Siza Omuleu- 42
beni, omwami owomu Baleubeni, namakumi
asatu wamu naye; Kanani mutabani wa Maaka, 43
ne Yosafati Omumisini; Uziya Omwasitalosi, 44
Sama ne Yeyeri batabani ba Kosamu Omwaloera;
Yediyaeri mutabani wa Simiri, ne Yoka mu- 45
gandawe, Omutizi; Erieri Omumakavi, ne Yeri- 46
bai, ne Yosaviya, batabani ba Erinaamu, ne
Isima Omumoabu; Erieri ne Obeda ne Yaasieri 47
Omumezoba.

12

1 Era bano be baja eri Daudi Ezikalaga ngakye-
kwese olwa Saulo murtabani wa Kisi: era babanga
mu basaja abamanyi abamuberanga okulwana.
2 Bakwatanga emitego, era bainza okuvumula ama-
inja nokulasa obusale ku mutego nomukono
ogwadyo era nogwa kono; bali ba ku baganda
3 ba Saulo, ba Benyamini. Akiezera ye yali omu-
kulu, Yoasi namudirira, batabani ba Semaa Omu-
gibea; ne Yezieri ne Pereti, batabani ba Azima-
4 vesi; ne Beraka, ne Yeku Omwanasosi; ne Isi-
maya Omugibeoni, omusaja owamanyi mwabo
amakumi asatu, era omukulu wamakumi asatu;
Yeremiya, ne Yakazieri, ne Yokanani, ne Yozabada
5 Omugedera; Eruzai ne Yerimosi, ne Bealiya ne
6 Semaliya, ne Sefatiya Omukalufu; Erikana ne
Isiya ne Azaleri ne Yoezera ne Yasobeamu, Aba-
7 kola; ne Yoera ne Zebadiya, batabani ba Yero-
8 kamu Owegedola. Ne ku Bagada nekweyawula
abagoberera Daudi ku kidukiro mu lukola aba-
saja abamanyi abazira, abasaja abaigirizibwa oku-
lwana, abainza okukwata engabo nefumu; amaso
gabwe nga gafanana amaso gempologoma, era
9 abembiro ngempeyo eziri ku nsozi; Ezera omu-
10 kulu, Obadiya owokubiri, Eriabu owokusatu; Mi-
11 simana owokuna, Yeremiya owokutano; Atai
12 owomukaga, Erieri owomusanvu; Yokanani owo-
13 munana, Erizabada owomwenda; Yeremiya owe-
14 kumi, Makabanai owekumi nomu. Abo abokubana
ba Gada be bali abakulu begye; omuto nga
yenkana ekikumi, nomukulu nga yenkana olu-
15 kumi. Abo be basomoka Yolidani mu mwezi
ogwoluberyeberye, nga gumaze okwanjala ku
tale lyagwo gwona; nebagoba abo bona abomubi-
16 wonvu, ebuvanjuba era nebugwanjuba. Awo ku
bana ba Benyamini ne Yuda nekuja mu kidukiro

eri Daudi. Daudi nafuluma okubasisinkana, na- 17
damu nabagamba nti Obanga mu'ze gyendi mirembe okumbera, omutima gwange gunegata namwe: naye obanga (mu'ze) okundyamu olukwe eri abalabe bange, nga temuli kabi mu mikono gyange, Katonda wa bajaja bafe akitunulire, akinenye. Awo omwoyo negulyoka guja ku Amasai, 18
eyali omukulu wabo amakumi asatu, (nayogera nti) Tuli babo, Daudi, era tuli kululwo, gwe mutabani wa Yese: emirembe, emirembe gibe gyoli, era emirembe gibe eri abo abakubera; kubanga Katondawo akubera. Awo Daudi nabaniriza, nabafula abami bekitongole. Era ne ku Manase ne- 19
kusenguka abamu nebasenga Daudi, bweyaja awamu Nabafirisiti okutabala Saulo, naye nebatababera: kubanga abakungu Babafirisiti bwebamala okutesa nebamugoba, nga bogera nti Anasenga mukamawe Saulo naleta akabi ku mitwe gyafe. Bweyali ngagenda Ezikalaga, nekumu- 20
senga ku Manase Adina ne Yosabada ne Yediyaeri ne Mikaeri ne Yozabada ne Eriku ne Ziresai, abami benkumi aba Manase. Nebabera Daudi 21
okulwana nekibina ekyabakwekwesi: kubanga bona bali basaja ba manyi abazira, era nga bami abomugye. Kubanga buli lunaku nebaja eri 22
Daudi okumubera, okutusa lwebafuka egye dene, erifanana egye lya Katonda.

Era gino gye miwendo gyemitwe gyabo aba- 23
kwata ebyokulwanyisa okulwana, abaja eri Daudi Ekeberoni, okukyusa obwakabaka bwa Saulo eri ye, ngekigambo kya Mukama bwekyali. Abana 24
ba Yuda abakwatanga engabo nefumu bali kakaga mwolunana abakwata ebyokulwanyisa okulwana. Ku bana ba Simeoni abasaja abamanyi 25
abazira okulwana, kasanvu mu kikumi. Ne ku 26
bana ba Levi, enkumi nya mu lukaga. Era 27
Yekoyada ye yali omukulembezi (wenyumba ya) Aloni, era newaba wamu naye enkumi satu mwo-

28 lusanvu ; ne Zadoka, omulenzi owamanyi omu-
zira, ne ku nyumba ya kitawe, abami amakumi
29 abiri mu babiri. Ne ku bana ba Benyamini,
baganda ba Saulo, enkumi satu : kubanga oku-
tusa ku biro ebyo abasinga obungi bāli banyu-
30 werede ku nyumba ya Saulo. Ne ku bana ba
Eferaimu, obukumi bubiri mwolunana, aba-
saja abamanyi abazira, abasaja abayatikirira mu
31 nyumba za bajaja babwe. Ne ku kitundu kye-
kika kya Manase, kakumi mu kanana, abaya-
tulwa amanya gabwe okuja okumufula Daudi
32 kabaka. Ne ku bana ba Isakali, abasaja abategera
ebiro bwebyali, okumanya ebigwanide Isiraeri
okukola ; emitwe gyabwe gyali ebikumi bibiri ;
ne baganda babwe bona bagonderanga okulagira
33 kwabwe. Ku Zebuluni abo abainza okutabala
mugye, abainza okusimba enyiriri, nebyoku-
lwanyisa ebyengeri zona, obukumi butano ; era
abainza okusimba (enyiriri,) so abatali ba mitima
34 ebiri. Ne ku Nafutali, abami lukumi, era wamu
nabo abalina engabo nefumu, obukumi busatu
35 mu kasanvu. Ne ku Badani abainza okusimba
enyiriri, obukumi bubiri mu kanana mu lukaga.
36 Ne ku Aseri, abainza okutabala mugye, abainza
37 okusimba enyiriri, obukumi buna. Nemitala
wa Yolidani, ku Baleubeni Nabagada ne ku ki-
tundu kyekika kya Manase, nga balina ebyo-
kulwanyisa ebyengeri zona olwolutalo, kasirivu
38 mwobukumi bubiri. Abo bona, abasaja aba-
lwanyi, abainza okusimba enyiriri, nebaja nomu-
tima ogwatukirira Ekeberoni, okumufula Daudi
kabaka wa Isiraeri yena : era Nabaisiraeri aba-
lala bona balina omutima gumu okumufula Daudi
39 kabaka. Awo nebamalayo wamu ne Daudi enaku
satu nga balya era nga banywa : kubanga baganda
40 babwe bali babategekede. Era nate abo ababali
okumpi, okutuka ku Isakali ne Zebuluni ne
Nafutali, nebaleta emigati ku ndogoi ne ku nga-

mira ne ku nyumbu ne kunte, ebyokulya ebyobuta nebitole ebyetini nebirimba ebyezabibu enkalu nomwenge namafuta nente nendiga nyingi: kubanga mu Isiraeri nga mulimu esanyu.

13

Awo Daudi natesa nabami benkumi nabebikumi, buli mukulu. 1
Daudi nagamba ekunganiro lyona erya Isiraeri nti Obanga musima bwemutyo, era obanga kivude eri Mukama Katonda wafe, tutume wona wona eri baganda bafe abasigade munsi yona eya Isiraeri, bakabona Nabalevi bebali nabo mu bibuga byabwe, ebiriko ebyalo, bakunganire gyetuli: tukomyewo gyetuli esanduke ya Katonda wafe: kubanga tetwagyagalangako kigambo mu mirembe gya Saulo. 2
Ekunganiro lyona nebogera nga banakola bwebatyo: kubanga ekigambo kyali kirungi mu maso gabantu bona. 3
Awo Daudi nakunganya Isiraeri yena, okuva Sikola (akaga) Akemisiri okutuka awaingirirwa Ekamasi, okuleta esanduke ya Katonda nga bagigya Ekiriasiyealimu. 4
Daudi nayambuka ne Isiraeri yena Ebaala, (kye) Kiriasiyealimu, ekya Yuda, okukimayo esanduke ya Katonda, Mukama atula ku bakerubi, aitibwa Erinya lye nyini. 5
Nebasitulira esanduke ya Katonda ku gali empya, (nebagigya) mu nyumba ya Abinadabu: Uza ne Akio nebagoba egali. 6
Daudi ne Isiraeri yena nebazanyira mu maso ga Katonda namanyi gabwe gona: nga baimba era nga bakuba enanga nentongoli, nebitasa nebisala, namakondere. 7
Awo bwebatuka ku guliro lya Kidoni, Uza nagolola omukonogwe okukwata esanduke; kubanga ente zesitade. 8
Obusungu bwa Mukama nebwakira Uza, namuta, kubanga yagolola omukonogwe ku sanduke: nafira eyo mu maso ga Katonda. 9
Daudi 10 11

nanyiga kubanga Mukama ngawamatukide Uza:
12 natuma ekifo ekyo Perezuza, ne lero. Daudi
natya Katonda ku lunaku olwo, ngayogera nti
Nakomyawo ntya esanduke ya Katonda eka
13 ewange? Awo Daudi natajulula sanduke oku-
gireta gyali mu kibuga kya Daudi, naye nagi-
kyamya mu nyumba ya Obededomu Omugiti.
14 Esanduke ya Katonda nemala emyezi esatu ngeri
naba Obededomu mu nyumbaye: Mukama nawa
omukisa enyumba ya Obededomu ne byona bye-
yalina.

14

1 Kiramu kabaka Wetulo natuma ababaka eri
Daudi nemivule nabazimbi bamainja nababa'zi,
2 okumuzimbira enyumba. Daudi nategera nga
Mukama amunyuwezeza okuba kabaka wa Isi-
raeri, kubanga obwakabakabwe bwagulumizibwa
wagulu, olwabantube Isiraeri.
3 Awo Daudi neyeyongera okuwasa abakazi
Eyerusalemi: Daudi neyeyongera okuzala abana
4 abobulenzi nabobuwala. Era gano ge manya
gabana beyazala Yerusalemi; Samua ne Sobabu,
5 Nasani ne Sulemani; ne Ibukala ne Erisua ne
6 Eripereti; ne Noga ne Nefega ne Yafiya; ne
7 Erisama ne Beeriada ne Erifereti.
8 Awo Abafirisiti bwebawulira Daudi ngafuki-
dwako amafuta okuba kabaka wa Isiraeri yena,
Abafirisiti bona nebambuka okunonya Daudi:
9 Daudi nakiwulira, nabatabala. Era Abafirisiti
10 bāli ba'ze nebazinda ekiwonvu Lefaimu. Daudi
nabuza Katonda ngayogera nti Ntabale Abafiri-
siti? era onobagabula mu mukono gwange? Mu-
kama namugamba nti Tabala; kubanga ndiba-
11 gabula mu mukonogwo. Awo nebatabala Ebaali-
perazimu, Daudi nabakubira eyo; Daudi nayo-
gera nti Katonda amenye abalabe bange nomu-

kono gwange, ngama'zi bwegamenya. Ekifo ekyo kyebeva bakituma erinya Baaliperazimu. Neba- 12
leka eyo bakatonda babwe; Daudi nalagira neba-
bokya omuliro. Abafirisiti nebazinda ekiwonvu 13
nate olwokubiri. Daudi namubuza nate Ka- 14
tonda; Katonda namugamba nti Totabala oku-
bagoberera: kyuka obaveko, obatukeko ngoba-
fuluma mu maso gemitugunda. Awo olunatuka 15
bwonowulira edobozi eryokutambula ku masanso
gemitugunda, nolyoka otabala: kubanga Katonda
atabade okukukulembera okukuba egye Eryaba-
firisiti. Daudi nakola nga Katonda bweya- 16
mulagira: nebakuba egye Eryabafirisiti okuva
Egibeoni okutuka Egezera. Etutumo lya Daudi 17
neribuna ensi zona; Mukama naleta entisaye ku
mawanga gona.

15

Awo (Daudi) neyezimbira enyumba mu kibuga 1
kya Daudi; nategekera esanduke ya Katonda
ekifo, nagikubira ewema. Awo Daudi nayogera 2
nti Si kirungi omuntu yena okusitula esanduke
ya Katonda wabula Abalevi: kubanga abo Mu-
kama beyalonda okusitulanga esanduke ya Ka-
tonda, nokumuwerezanga enaku zona. Awo 3
Daudi nakunganya Isiraeri yena Eyerusalemi,
okulinyisa esanduke ya Mukama mu kifo kyayo
kyeyali agitegekede. Daudi nakunganya bata- 4
bani ba Aloni Nabalevi: ku batabani ba Kokasi; 5
Ulieri omukulu, ne bagandabe kikumi mwabiri:
ku batabani ba Merali; Asaya omukulu, ne 6
bagandabe ebikumi bibiri mwabiri: ku batabani 7
ba Geresomu: Yoeri omukulu, ne bagandabe
kikumi mwasatu: ku batabani ba Erizafani; 8
Semaya omukulu, ne bagandabe ebikumi bibiri:
ku batabani ba Keberoni; Erieri omukulu, ne 9
bagandabe kinana: ku batabani ba Uzieri; Ami- 10

nadabu omukulu, ne bagandabe kikumi mu kumi
11 nababiri. Daudi naita Zadoka ne Abiasala ba-
kabona, Nabalevi, Ulieri ne Asaya ne Yoeri,
12 Semaya ne Erieri ne Aminadabu, nabagamba nti
Mwe muli mitwe gya (nyumba za) bajaja babwe
Ezabalevi: mwetukuze, mwe era ne baganda
bamwe, mulyoke mulinyise esanduke ya Mukama
Katonda wa Isiraeri mu (kifo) kyengitegekede.
13 Kubanga temwasoka (kugisitula), Mukama Ka-
tonda wafe kyeyava atuwamatukira, kubanga
14 tetwamunonya ngekiragiro bwekyali. Awo baka-
bona Nabalevi nebetukuza okulinyisa esanduke
15 ya Mukama Katonda wa Isiraeri. Abana Baba-
levi nebasitulira esanduke ya Katonda ku bibe-
gabega byabwe nemisituliro gyako nga Musa
bweyalagira ngekigambo kya Mukama bwekyali.
16 Daudi nagamba Abalevi abakulu okulonda ba-
ganda babwe abaimbi, nga balina ebivuga, ento-
ngoli nenanga nebitasa, nga babivuza era nga
17 baimusa edobozi nesanyu. Awo Abalevi neba-
londa Kemani mutabani wa Yoeri; ne ku ba-
gandabe, Asafu mutabani wa Berakiya; ne ku
batabani ba Merali baganda babwe, Esani muta-
18 bani wa Kusaya; era wamu nabo baganda babwe
abomutindo ogwokubiri, Zekaliya, Beni, ne Yaa-
zieri, ne Semiramosi, ne Yekieri, ne Uni, Eriabu,
ne Benaya, ne Maaseya, ne Matisiya, ne Erife-
reku, ne Mikaneya, ne Obededomu, ne Yeyeri,
19 abagazi. Awo abaimbi, Kemani, Asafu, ne Esani,
(nebalondebwa,) nga balina ebitasa ebyebikomo
20 okuvuga; Zekaliya, ne Azieri, ne Semiramosi, ne
Yekieri, ne Uni, ne Eriabu, ne Maaseya, ne
21 Benaya, nga balina entongoli-ezekyalamosi; ne
Matisiya, ne Erifereku, ne Mikaneya, ne Obede-
domu, ne Yeyeri, ne Azaziya, nga balina enanga
22 ezekiseminisi, ezokuleterezanga. Ne Kenaniya
omukulu Wabalevi ye yalabiriranga okuimba:
ye yaigirizanga ebyokuimba kubanga mutegevu.

Ne Berakiya ne Erikana be bali abagazi aboku- 23
sanduke. Ne Sebaniya ne Yosafati ne Nesaneri 24
ne Amasai ne Zekaliya ne Benaya ne Erieza
bakabona be bafuwanga amakondere mu maso
gesanduke ya Katonda: ne Obededomu ne Ye-
kiya be bali abagazi abokusanduke. Awo Daudi 25
nabakade ba Isiraeri nabami benkumi nebagenda
okulinyisa esanduke eyendagano ya Mukama
okugigya mu nyumba ya Obededomu nesanyu:
awo olwatuka Katonda bweyabera Abalevi aba- 26
situla esanduke eyendagano ya Mukama, neba-
wayo ente musanvu nembuzi enume musanvu.
Daudi nayambala omunagiro ogwa bafuta enungi, 27
Nabalevi bona abasitula esanduke nabaimbi ne
Kenaniya omukulu wokuimba wamu nabaimbi:
era Daudi yali ayambade ekanzu eya bafuta.
Bwebatyo Isiraeri yena nebalinyisa esanduke 28
eyendagano ya Mukama nokwogerera wagulu
nedobozi eryengombe namakondere nebisala nga
bavuza nyo entongoli nenanga. Awo olwatuka 29
esanduke eyendagano ya Mukama bweyali ngeja
mu kibuga kya Daudi, Mikali muwala wa Saulo
na lingiza mu kituli, nalaba kabaka Daudi ngazi-
na era ngazanya; namunyoma mu mutimagwe.
Nebaingiza esanduke ya Katonda, nebagisimba **16**
wakati mu wema Daudi gyeyagikubira: nebawayo
ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo olwemire-
mbe mu maso ga Katonda. Awo Daudi bweyamala 2
okuwayo ekiwebwayo ekyokebwa nebiwebwayo
olwemirembe, nasabira abantu omukisa mu linya
lya Mukama. Nagabira buli muntu mu Isiraeri, 3
abasaja era nabakazi, buli muntu omugati nomu-
gabo (ogwenyama) nekitole ekyezabibu enkalu.
Era nasawo abamu ku Balevi okuwererezanga 4
mu maso gesanduke ya Mukama, nokujukizanga
nokwebazanga Mukama, Katonda wa Isiraeri
nokumutendereza: Asafu omukulu, amudirira 5
Zekaliya, Yeyeri, ne Semiramosi, ne Yekieri, ne

Matisiya, ne Eriabu, ne Benaya, ne Obededomu, ne Yeyeri, nga balina entongoli nenanga ; ne
6 Asafu ngalina ebitasa nga bivuga nyo ; ne Benaya ne Yakazieri bakabona nga balina amakondere enaku zona mu maso gesanduke eyendagano ya Katonda.
7 Awo ku lunaku olwo Daudi kweyasokera okulagira okumwebaza Mukama nomukono gwa Asafu ne bagandabe.
8 Mumwebaze Mukama, mukabire erinyalye ;
Mumanyise ebikolwabye mu mawanga.
9 Mumuimbire, muimbe okumutendereza ;
Mwogere ku byamagerobye byona.
10 Mwenyumirize olwerinyalye etukuvu ;
Omutima gwabo abanonya Mukama gusanyuke.
11 Munonye Mukama namanyige ;
Munonye amasoge enaku zona.
12 Mujukire ebyamagerobye byeyakola ;
Ebyekitalobye, nemisango egyakamwake ;
13 Mwe ezade lya Isiraeri omuduwe.
Mwe abana ba Yakobo, abalondebe.
14 Oyo ye Mukama Katonda wafe :
Emisangogye gibuna ensi zona.
15 Mu jukire endaganoye enaku zona,
Ekigambo kyeyalagira emirembe olukumi :
16 (Endagano) gyeyalagana ne Ibulaimu,
Nekirairo kyeyalairira Isaka ;
17 Nekyo nakinyuweza eri Yakobo okuba eteka,
Eri Isiraeri okuba endagano eterigwawo :
18 Ngayogera nti Gwe ndiwa ensi ya Kanani,
Omugabo ogwobusika bwamwe :
19 Bwemwali abantu abatonó omuwendo gwamwe ;
Wewawo, abatono enyo, era abo batambuze omwo ;
20 Nebatambulatambula mu mawanga amalala amalala,

Nga bava mu bwakabaka nebagukira mu bantu abalala.
Teyaganya muntu kubonona ; 21
Wewawo, yanenya bakabaka kulwabwe ;
(Ngayogera nti) Temukomanga kwabo bena- 22
fukako amafuta,
So temukolanga bubi banabi bange.
Mumuimbire Mukama, mwe ensi zona ;
Mwolese obulokozibwe buli lunaku buli lunaku. 23
Mubulire ekitibwakye mu mawanga,
Ebyamagerobye mu bantu bona. 24
Kubanga Mukama mukulu, era agwana oku- 25
tenderezebwa enyo :
Era agwana okutibwa okusinga bakatonda bona.
Kubanga bakatonda bona abamawanga bye bifa- 26
nanyi :
Naye Mukama ye yakola egulu.
Ekitibwa nobukulu biri mu masoge :
Amanyi nesanyu biri mu kifokye. 27
Mumuwe Mukama, mwe ebika ebyamawanga,
Mumuwe Mukama ekitibwa namānyi. 28
Mumuwe Mukama ekitibwa ekigwanira eri- 29
nyalye :
Mulete ekiwebwayo, muje mu masoge :
Mumusinze Mukama mu bulungi obwobutukuvu.
Mukankane mu masoge, mwe ensi zona :
Era nensi enyuwera nokuinza neteinza kusa- 30
gasagana.
Egulu lisanyuke, era nensi ejaguze ;
Bogere mu mawanga nti Mukama afuga. 31
Enyanja ewume, nokujula kwayo ;
Enimiro ejaguze, nebigirimu byona ; 32
Emiti egyomukibira negiryoka giimba olwe-
sanyu mu maso ga Mukama, 33
Kubanga aja okusalira ensi emisango.
Kale mumwebaze Mukama ; kubanga mulungi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe 34
gyona.

35 Mwogere nti Otulokole, ai Katonda owobulokozi bwafe,
Otukung'anye otuwonye mu mawanga,
Okwebaza erinyalyo etukuvu,
Nokujaguliza etendolyo.
36 Yebazibwe Mukama, Katonda wa Isiraeri,
Okuva mu mirembe gyona okutuka mu mirembe gyona.
Awo abantu bona nebogera nti Amina, nebatendereza Mukama.
37 Awo naleka eyo mu maso gesanduke eyendagano ya Mukama Asafu ne bagandabe, okuwererezanga mu maso gesanduke obutayosangawo, ngo-
38 mulimu ogwa buli lunaku bwegwayagalanga: ne Obededomu ne baganda babwe, enkaga mu munana; era ne Obededomu mutabani wa Yedusuni ne
39 Kosa okuba abagazi: ne Zadoka kabona, ne bagandabe bakabona, mu maso gewema ya Mukama mu
40 kifo ekigulumivu ekyali Egibeoni, okuwangayo ebiwebwayo ebyokebwa eri Mukama ku kyoto ekyebiwebwayo ebyokebwa obutayosa enkya nakawungezi, nga byona bwebiri ebyawandikibwa
41 mu mateka ga Mukama, geyalagira Isiraeri; era wamu nabo Kemani ne Yedusuni, nabalala abalondebwa, abayatulwa amanya gabwe, okumwebaza Mukama kubanga okusasirakwe (kuberera) emire-
42 mbe gyona; era wamu nabo Kemani ne Yedusuni (nga balina) amakondere nebitasa olwabo abagenda okubivuza, era (nga balina) ebireta enyimba za Katonda: ne batabani ba Yedusuni okuba ku
43 muzigo. Abantu bona nebegendera buli muntu ewuwe: Daudi nadayo okusabira enyumbaye omukisa.

17

Awo olwatuka Daudi bweyabera mu nyumbaye, 1
Daudi nagamba Nasani nabi nti Laba, nze mbera
mu nyumba eyemivule, naye esanduke eyendagano
ya Mukama (ebera) wansi webitimbibwa. Nasani 2
nagamba Daudi nti Kola byona ebiri mu mutima-
gwo; kubanga Katonda ali wamu nawe. Awo 3
olwatuka mu kiro ekyo ekigambo kya Katonda
nekimujira Nasani nti Genda omugambe Daudi 4
omudu wange nti Bwatyo bwayogera Mukama nti
Tonzimbira nyumba ya kuberamu: kubanga sibe- 5
ranga mu nyumba okuva ku lunaku lwenalinyisa
Isiraeri ne lero; naye navanga mu wema nembera
mu wema, era navanga mu nyumba nembera mu
nyumba (endala). Mu bifo byona gyenakatambu- 6
la ne Isiraeri yena nali njogede ekigambo nomula-
muzi yena ku balamuzi ba Isiraeri, benalagira
okulisa abantu bange, nga njogera nti Kiki ekya-
balobera okunzimbira enyumba eyemivule? Kale 7
no bwotyo bwobogamba omudu wange Daudi, nti
Bwatyo bwayogera Mukama owegye nti Nakugya
ku kisibo kyendiga, okugoberera endiga, obere
omulangira wabantu bange Isiraeri: era nabera- 8
nga nawe buli gyewagendanga, nemalawo abala-
bebo bona mu masogo; era ndikuwa erinya
okufanana erinya lyabakulu abali munsi. Era 9
ndibatekerawo ekifo abantu bange Isiraeri, era
ndibasimba babere mu kifo kyabwe bo, baleme
okujulukuka nate: so nabana bobubi tebalibazikiriza nate, ngoluberyeberye, era (nga bwekyali) 10
okuva ku lunaku lwenalagira abalamuzi okufuga
abantu bange Isiraeri; era ndiwangula abalabebo
bona. Era nkugamba nga Mukama alikuzimbira
enyumba. Awo olulituka, enakuzo bweziritukiri- 11
ra, nogwana okugenda okubera awamu ne bajajabo,
nendyoka nyimiriza ezaderyo eriridawo oluvanyu-

malwo, eririva mu batabanibo; era ndinyuweza
12 obwakabakabwe. Oyo yalinzimbira enyumba, era
13 ndinyuweza entebeye emirembe gyona. Nze ndibera kitawe, naye aliba mwana wange: so sirimugyako kusasira kwange, nga bwenakugya kwoyo
14 eyakusoka: naye ndimutuza mu nyumba yange ne mu bwakabaka bwange emirembe gyona: ne-
15 ntebeye erinyuwezebwa emirembe gyona. Ngebigambo ebyo byona bwebyali era ngokwolesebwa okwo kwona bwekwali, bwatyo Nasani bweyagamba Daudi.

16 Awo Daudi kabaka naingira natula mu maso ga Mukama; nayogera nti Nzani, ai Mukama Katonda, nenyumba yange kye ki, gwe okuntusa ne
17 wano? era ekigambo kino kyali kitono mu masogo, ai Katonda; naye oyogede ku nyumba yomuduwo olwebiro bingi ebigenda okuja, era onkuziza nyo ngobukulu bwomusaja owekitibwa ekinene
18 bwebuli, ai Mukama Katonda. Kiki Daudi kyainza okweyongera nate (okukugamba) olwekitibwa omuduwo kyasibwamu? kubanga gwomanyi omu-
19 duwo. Ai Mukama, kulwomuduwo era ngomutimagwo gwe bweguli, bwotyo bwolese obukulu bu-
20 no bwona, okumanyisa ebikulu (bino) byona. Ai Mukama, tewali akufanana, so tewali Katonda wabula gwe, nga byona bwebiri byetwawulira
21 namatu gafe. Era gwanga ki erimu eriri munsi erifanana abantubo Isiraeri, Katonda beyagenda okwenunulira okuba egwanga, okwefunira erinya nebigambo ebikulu ebyentisa, ngogoba amawanga mu maso gabantubo, bewanunula okubagya mu
22 Misiri? Kubanga abantubo Isiraeri wabafula abantubo gwe emirembe gyona: nawe, Mukama,
23 wafuka Katonda wabwe. Kale no, ai Mukama, ekigambo kyoyogede ku muduwo ne ku nyumbaye kinyuwezebwe emirembe gyona, era okolanga
24 nga bwoyogede. Nerinyalyo linyuwezebwe ligulumizibwe emirembe gyona, nga bogera nti Mukama

owegye ye Katonda wa Isiraeri, Katonda eri Isiraeri: era enyumba ya Daudi omuduwo enyuwezebwa mu masogo. Kubanga gwe, ai Katonda wange, obikulide omuduwo ngolimuzimbira enyumba: omuduwo kyavude alaba okusaba mu masogo. Era no, ai Mukama, gwe Katonda, era omusubiziza omuduwo ekigambo ekyo ekirungi: era kakano osimye okuwa omukisa enyumba yomuduwo, eberere mu masogo emirembe gyona: kubanga gwe, ai Mukama, owade omukisa, era eweredwa omukisa emirembe gyona.

18

Awo oluvanyuma lwebyo olwatuka Daudi nakuba Abafirisiti nabawangula, nagya Gasi nebyalo byako mu mukono Gwabafirisiti. Nakuba Moabu; Abamoabu nebafuka badu ba Daudi, nebamuleteranga ebirabo. Daudi nakuba Kadalezera kabaka Wezoba okutusa Ekamasi, bweyali ngagenda okunyuweza okufugakwe ku muga Firati. Daudi namunyagako amagali lukumi, nabebagala embalasi kasanvu, nabatambula nebigere obukumi bubiri: Daudi nazitema entega embalasi zona ezamagali, naye naziterekako ezamagali kikumi. Awo Abasuli Abedamasiko bwebaja okudukirira Kadalezera kabaka Wezoba, Daudi nata ku Basuli abasaja okukumi bubiri mwenkumi biri. Awo Daudi nateka (ebigo) mu Busuli Obwedamasiko; Abasuli nebafuka badu ba Daudi nebaletanga ebirabo. Mukama namuwanga Daudi okuwangula buli gyeyagendanga. Daudi nanyaga engabo eza zabu ezali ku badu ba Kadalezera nazitwala Eyerusalemi. Ne mu Tibukasi ne mu Kuni, ebibuga bya Kadalezera, Daudi nagyamu ebikomo bingi nyo, Sulemani byeyakoza enyanja eyekikomo, nempagi, nebintu ebyebikomo. Awo Tou kabaka Wekamasi bweyawulira nga Daudi akubye egye

10 Iyona erya Kadalezera kabaka Wezoba, natuma Kadolamu mutabaniwe eri kabaka Daudi okumulamusa nokumwebaza kubanga alwanye ne Kadalezera namukuba; kubanga Kadalezera yalwananga ne Tou; era ebintu ebya zabu nefeza nebiko-
11 mo ebyengeri zona (byali naye). Era nebyo kabaka Daudi nabiwonga eri Mukama, wamu nefeza nezabu byeyanyaga mu mawanga gona; Edomu ne Moabu nabana ba Amoni Nabafirisiti ne Ama-
12 leka. Era nate Abisai mutabani wa Zeruiya nata ku Bedomu mu Kiwonvu Ekyomunyo lukumi mu
13 lunana. Nateka ebigo mu Edomu; Abedomu bona nebafuka badu ba Daudi. Mukama nawa Daudi okuwangula buli gyeyagendanga yona.
14 Daudi nafuga Isiraeri yena; natukiriza emisa-
15 ngo nebyensonga eri abantube bona. Yoabu mutabani wa Zeruiya ye yali omukulu wegye; ne Yekosafati mutabani wa Akiruda ye yali omujukiza.
16 Ne Zadoka mutabani wa Akitubu ne Abimereka mutabani wa Abiasala be bali bakabona; ne Savu-
17 sa ye yali omuwandisi; ne Benaya mutabani wa Yekoyada ye yali omukulu Wabakeresi Nabaperesi; ne batabani ba Daudi be bali abakulu okwetolola kabaka.

19

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo Nakasi kabaka wabana ba Amoni nafa, mutabaniwe nafuga
2 mu kifokye. Daudi nayogera nti Namulaga ebyekisa Kanuni mutabani wa Nakasi, kubanga kitawe yandaga ebyekisa. Awo Daudi natuma ababaka okumukubagiza olwa kitawe. Abadu ba Daudi nebaja munsi yabana ba Amoni eri Kanuni, oku-
3 mukubagiza. Naye abakungu babana ba Amoni nebamugamba Kanuni nti Olowoza nga Daudi amusamu ekitibwa kitawo, nokutuma nakutumira abakubagiza? abadube teba'ze okunonya noku-

menya nokuketa ensi? Awo Kanuni nadira aba- 4
du ba Daudi nabamwa, nasalako ebyambalo bya-
bwe wakati, okukoma ku matako gabwe, nabasi-
ndika. Awo abamu nebagenda nebamubulira 5
Daudi byebabakoze abasaja. Natuma okubasisi-
nkana; kubanga abasaja nga bakwatidwa nyo
ensonyi. Kabaka nayogera nti Mubere Eyeriko
okutusa ebirevu byamwe lwebirikula, mulyoke
mukomewo. Awo abana ba Amoni bwebalaba 6
nga bamutamye Daudi, Kanuni nabana ba Amoni
nebawereza talanta eza feza lukumi okugulirira
amagali nabebagala embalasi mu Mesopotamya ne
mu Alamaaka, ne mu Zoba. Awo nebagulirira 7
amagali obukumi busatu mwenkumi biri, ne kaba-
ka Wemaaka nabantube; nebaja nebasisira okwo-
lekera Medeba. Abana ba Amoni nebakungana
okuva mu bibuga byabwe nebaja okulwana.
Awo Daudi bweyakiwulira nagaba Yoabu 8
negye lyona eryabasaja abamanyi. Awo aba- 9
na ba Amoni nebatabala, nebasimba enyiriri
awali wankaki wekibuga: ne bakabaka aba-
li baze bali boka ku tale. Awo Yoabu bwe- 10
yalaba ngolutalo balusimbye mu masoge nenyu-
mawe, nalonda ku basaja bona aba Isiraeri abalo-
nde, nabasimba enyiriri okulwana Nabasuli. Na- 11
bantu abalala bona nabateresa omukono gwa
Abisai mugandawe, nebasimba enyiriri okulwana
nabana ba Amoni. Nayogera nti Abasuli bweba- 12
nanyinga amanyi, awo gwonombera: naye abana ba
Amoni bwebanakuinga amanyi, awo nze nakubera.
Guma omwoyo, twerage obusaja olwabantu bafe, 13
nolwebibuga bya Katonda wafe: era Mukama
akole ekyo kyanasima. Awo Yoabu nabantu abali 14
naye nebasembera mu maso Gabasuli okulwana;
nebaduka mu masoge. Awo abana ba Amoni 15
bwebalaba Abasuli nga baduse, era nabo bweba-
tyo nebaduka mu maso ga Abisai mugandawe, ne-
baingira mu kibuga. Awo Yoabu naja Eyerusa-

16 lemi. Awo Abasuli bwebalaba nga bagobedwa mu
maso ga Isiraeri, nebatuma ababaka, nebagyayo
Abasuli abali emitala Womuga, ne Sofaka omuku-
17 lu wegye lya Kadalezera nga ye mugabe. Neba-
mubulira Daudi; nakunganya Isiraeri yena naso-
moka Yolidani, nabatukako nasimba enyiriri oku-
lwana nabo. Awo Daudi bweyamala okusimba
18 enyiriri okulwana Nabasuli, nebalwana naye. Aba-
suli nebaduka mu maso ga Isiraeri; Daudi nata
ku Basuli (abasaja) abomumagali kasanvu, nabata-
mbula nebigere obukumi buna, nata Sofaka omu-
19 kulu wegye. Awo abadu ba Kadalezera bwebala-
ba nga bagobedwa mu maso ga Isiraeri, nebataba-
gana ne Daudi, nebamuwereza; so Nabasuli neba-
takiriza kubera abana ba Amoni nate olwokubiri.

20

1 Awo olwatuka omwaka bwegwatukirira mu
kisera bakabaka mwebatabalira, Yoabu natabaza
amanyi agegye, nazisa ensi yabana ba Amoni,
naja nazingiza Laba. Naye Daudi nasigala Eye-
2 rusalemi. Yoabu namenya Laba, nakisula. Awo
Daudi nagya engule ya kabaka wabwe ku mu-
twegwe, nalaba obuzito bwayo talanta ya zabu,
era nga mulimu amainja agomuwendo omungi;
nebagiteka ku mutwe gwa Daudi: nagyamu omu-
3 nyago ogwomukibuga mungi nyo. Nagyamu
abantu abali omwo, nabasala nemisomeno nama-
nyo agebyuma nemba'zi. Era bwatyo Daudi bwe-
yakola ebibuga byona ebyabana ba Amoni. Daudi
nabantu bona nebadayo Eyerusalemi.
4 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo newaba
entalo Egezera Nabafirisiti: awo Sibekai Omu-
kusasi nata Sipai owokubana berintu: nebawa-
5 ngulwa. Nawaba nate entalo Nabafirisiti; Eri-
kanani mutabani wa Yaira nata Lakami muganda

wa Goliasi Omugiti, olunyago lwefumulye lwali ngomuti ogulukirwako engoye. Newaba nate entalo Egasi, eyali omusaja omuwanvu enyo, engaloze nobugerebwe amakumi abiri mu buna, (buli mukono) mukaga, na (buli kigere) mukaga; era naye yazalirwa erintu eryo. Awo bweyasomoza Isiraeri, Yonasani mutabani wa Simea muganda wa Daudi namuta. Abo bazalirwa erintu eryo Egasi; nebagwa nomukono gwa Daudi, nomukono gwabadube.

21

Awo Setani naimirira okulwana ne Isiraeri, nasendasenda Daudi okubala Isiraeri. Daudi nagamba Yoabu nabakulu babantu nti Mugende mubale Isiraeri okuva Ebeeriseba okutusa Edani; munzirize ebigambo ntegere omuwendo gwabwe. Yoabu nayogera nti Mukama ayongere abantube okusinga omuwendo gwabwe oguliwo kakano emirundi kikumi: naye, mukama wange kabaka, bona si badu ba mukama wange? mukama wange kiki ekimulagiza ekigambo kino? kiki ekimwagaza okuba ensonga yomusango eri Isiraeri? Era naye ekigambo kya kabaka nekisinga Yoabu. Yoabu kyeyava yegendera nabuna Isiraeri yona, naja Eyerusalemi. Yoabu namuletera Daudi omuwendo ogwabantu gwebabalibwa. Abantu bona aba Isiraeri bāli akakade mu kasirivu abasaja abasowolanga ebitala: ne Yuda bali abasaja obusirivu buna mwobukumi musanvu abasowolanga ebitala. Naye teyasako Levi ne Benyamini: kubanga ekigambo kya kabaka kyamutama Yoabu. Katonda nanyigira ekigambo ekyo; kyeyava abonyabonya Isiraeri. Daudi nagamba Katonda nti Nyononye nyo, kubanga nakola ekigambo ekyo: naye kakano, nkwegairide, gyawo obutali butukirivu bwa muduwo; kubanga nakola ekyo-

9 busirusiru bungi. Mukama nagamba Gada nabi
10 wa Daudi nti Genda omugambe Daudi nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Nkutekedewo ebigambo bisatu ; werobozeko ekimu, nkukikole.
11 Awo Gada naja eri Daudi, namugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Werobozeko kyono-
12 yagala ; oba emyaka esatu egyenjala ; oba emyezi esatu okumalirwawo mu maso gabalabebo, ekitala kyabalabebo nga kikutukako ; oba ekitala kya Mukama enaku satu, kawumpuli ngali munsi, ne malaika wa Mukama ngazikiriza mu nsalo zona eza Isiraeri. Kale no, lowoza bwemba mudamu
13 oyo antumye. Daudi nagamba Gada nti Nsobedwa nyo : ngwe no mu mukono gwa Mukama ; kubanga okusasirakwe kungi nyo : neme okugwa
14 mu mukono gwabantu. Awo Mukama naleta kawumpuli ku Isiraeri : awo ku Isiraeri nekufa
15 abasaja obukumi musanvu. Katonda natuma malaika Eyerusalemi okukizikiriza : awo nganatera okuzikiriza, Mukama natunula, neyejusa akabi, nagamba malaika azikiriza nti Kinamala ; zayo kakano omukonogwo. Malaika wa Mukama naimirira awali eguliro lya Olinani Omuyebusi.
16 Daudi naimusa amasoge nalaba malaika wa Mukama ngaimiride wakati wensi negulu, ngakute ekitala ekisowodwa mu ngaloze, ekigolodwa ku Yerusalemi. Awo Daudi nabakade, nga bambade ebibukutu, nebalyoka bavunama amaso gabwe.
17 Daudi nagamba Katonda nti Sinze nalagira okubala abantu ? nze nyononye nenkola ebyekyejo kingi ; naye endiga zino bakoze ki bo ? nkwegairide, ai Mukama Katonda wange, omukonogwo gube kunze ne ku nyumba ya kitange ; naye guleme okuba ku bantubo babe ne kawumpuli.
18 Awo malaika wa Mukama nalagira Gada okumugamba Daudi, Daudi ayambuke, azimbe ekyoto eri Mukama mu guliro lya Olinani Omuyebusi.
19 Daudi nayambuka olwekigambo kya Gada, kye-

yayogera mu linya lya Mukama. Olinani na- 20
kyuka nalaba malaika; ne batabanibe abana abali
naye nebekweka. Era Olinani yali ngawula
engano. Awo Daudi bweyaja eri Olinani, Olina- 21
ni natununla nalaba Daudi, nava mu guliro, navu-
namira Daudi amasoge wansi. Awo Daudi naga- 22
mba Olinani nti Mpa ekibanja ekyeguliro lino,
nzimbeko ekyoto eri Mukama: onogulana nange
nebintu ngomuwendo gwalyo gwe nyini bweguli
obutasera: kawumpuli aziizibwe mu bantu. Awo 23
Olinani nagamba Daudi nti Lyetwalire, mukama
wange kabaka akole ekyo kyanasima: laba, nku-
wade ente okuba ebiwebwayo ebyokebwa nebintu
ebiwula okuba enku nengano okuba ekiwebwayo
ekyobuta; byona mbiwa buwa. Kabaka Daudi 24
nagamba Olinani nti Néda; naye mazima nali-
gula nebintu obutasera: kubanga sitole bibyo
okumuwa Mukama, so siweyo ekiwebwayo ekyo-
kebwa ekitanzitide byange. Awo Daudi nawa 25
Olinani okugula ekibanja sekeri eza zabu ezipimi-
bwa lukaga. Daudi nazimba eyo ekyoto eri 26
Mukama, nawayo ebiwebwayo ebyokebwa nebi-
webwayo olwemirembe, nasaba Mukama; namu-
damu nomuliro ngaima mu gulu ku kyoto ekye-
biwebwayo ebyokebwa. Mukama nalagira ma- 27
laika; naza ekitalakye mu kirato kyakyo.

Mu biro ebyo Daudi bweyalaba nga Mukama 28
amuzemu mu guliro lya Olinani Omuyebusi, na-
werayo eyo sadaka. Kubanga ewema ya Mukama 29
Musa gyeyakola mu lukola nekyoto ekyebiwe-
bwayo ebyokebwa mu biro ebyo nga biri mu kifo
ekigulumivu Egibeoni. Naye Daudi natainza 30
kuja mu maso gayo okubuza Katonda: kubanga
yali atide ekitala kya malaika wa Mukama.
Awo Daudi nayogera nti Eno ye nyumba ya **22**
Mukama Katonda, era kino kye kyoto ekyebi-
webwayo ebyokebwa eri Isiraeri. Awo Daudi 2
nalagira okukunganya banagwanga abali munsi

ya Isiraeri ; nasawo abamainja okutema amainja amabaje okuzimba enyumba ya Katonda.
3 Daudi nategeka ebyuma bingi olweninga ezenzigi ezemizigo nolwebigata ; nebikomo bingi ebitapi-
4 mika ; nemivule egitabalika : kubanga Abezidoni Nabetulo nebaleta emivule mingi eri Daudi.
5 Daudi nayogera nti Sulemani mutabani wange akyali mwana muto, nenyumba egenda okuzimbirwa Mukama egwana okuba eyekitibwa ekinene enyo okwatikirira nokutenderezebwa munsi zona: kyendiva ngitegekera. Awo Daudi nategeka bingi nyo nga tanaba kufa.
6 Awo naita Sulemani mutabaniwe namukutira okuzimbira enyumba Mukama, Katonda wa Isi-
7 raeri. Daudi nagamba Sulemani mutabaniwe nti Nze, kyali mu mutima gwange okuzimbira erinya
8 lya Mukama Katonda wange enyumba. Naye ekigambo kya Mukama nekinjijira nti Wayiwa omusai mungi, nolwana entalo enkulu : tozimbira linya lyange enyumba, kubanga wayiwa omusai
9 mungi kunsi mu maso gange : laba, olizalirwa omwana wa bulenzi, aliba omusaja owemirembe ; era ndimuwa emirembe eri abalabebe bona enjuwi zona : kubanga erinyalye aliba Sulemani, era ndiwa emirembe nokuterera eri Isiraeri ku mire-
10 mbegye: oyo yalizimbira erinya lyange enyumba; era aliba mwana wange, nange ndiba kitawe ; era ndinyuweza entebe eyobwakabakabwe ku
11 Isiraeri emirembe gyona. Kale, mwana wange, Mukama abe nawe ; olabe omukisa, ozimbe enyumba ya Mukama Katondawo, nga bweyakwoge-
12 rako. Kyoka Mukama akuwe amagezi nokutegera, akukutire ebya Isiraeri ; olyoke okwate
13 amateka ga Mukama Katondawo. Bwotyo bwoliraba omukisa, bwonekumanga okukola amateka nemisango Mukama byeyakutira Musa ebya Isiraeri : ba namanyi ogume omwoyo ; totya so
14 totekemuka. Laba no, mu kubonyabonyezebwa

kwange ntegekede enyumba ya Mukama talanta eza zabu kasirivu ne talanta eza feza kakade; nebikomo nebyuma ebitapimika; kubanga bingi nyo: era nemiti namainja ntegese; oyongereko gwe. Era nate waliwo nawe abakozi bemirimu 15 bangi nyo, abatema nabakola emirimu egyamainja nemiti, nabantu bona abalina amagezi agomulimu gwona; zabu ne feza nebikomo nebyuma 16 tebibalika; golokoka okole, era Mukama abere nawe. Era Daudi nalagira nabakulu bona aba 17 Isiraeri okubera Sulemani mutabaniwe ngayogera nti Mukama Katonda wamwe tali wamu na- 18 mwe? era tabawade mirembe enjuwi zona? kubanga agabude ababera munsi mu mukono gwange; era ensi ewangudwa mu maso ga Mukama, ne mu maso gabantube. Kale munyuweze omu- 19 tima gwamwe nememe yamwe okunonya Mukama Katonda wamwe; kale mugolokoke muzimbe ekigwa kya Mukama Katonda, okuleta esanduke eyendagano ya Mukama, nebintu ebitukuvu ebya Katonda okubiingiza mu nyumba egenda okuzimbirwa erinya lya Mukama.

23

Awo Daudi yali ngakadiye era ngawangade ena- 1
ku nyingi; nafula Sulemani mutabaniwe kabaka wa Isiraeri. Nakunganya abakulu bona aba Isira- 2
eri ne bakabona Nabalevi. Abalevi nebabalibwa 3
okuva ku myaka amakumi asatu nokukirawo: nomuwendo gwabwe ngemitwe bwegyali buli muntu kinomu gwali obukumi busatu mu kanana. Kwa- 4
bo obukumi bubiri mwenkumi nya ba kulabirira mulimu gwa mu nyumba ya Mukama; nakakaga bami nabasalanga emisango: nenkumi nya bagazi; 5
nenkumi nya batenderezanga Mukama nebintu byenakola, (bweyayogera Daudi,) okutendereza

6 nabyo. Daudi nabasalamu empalo ngabana ba
7 Levi bwebali; Geresoni, Kokasi, ne Merali. Ku
8 Bageresoni; Ladani ne Simei. Batabani ba
Ladani; Yekieri omukulu, ne Zesamu, ne Yoeri,
9 basatu. Batabani ba Simei; Seromosi, ne Kazieri,
ne Kalani, basatu. Abo be bali emitwe (gyenyu-
10 mba) za bakitabwe eza Ladani. Ne batabani ba
Simei; Yakasi, Zina, ne Yeusi, ne Beriya. Abo
11 abana bali batabani ba Simei. Ne Yakasi ye yali
omukulu, ne Ziza ye yali owokubiri: naye Yeusi
ne Beriya tebalina bana bangi; kyebava babalirwa
12 awamu okuba enyumba ya bakitabwe. Batabani
ba Kokasi; Amulamu, Izikala, Keberoni, ne Uzi-
13 eri, bana. Batabani ba Amulamu; Aloni ne Mu-
sa: Aloni nayawulibwa atukuzenga ebintu ebitu-
kuvu enyo, ye ne batabanibe emirembe gyona,
okwoterezanga obubane mu maso ga Mukama,
okumuwerezanga, nokusabanga omukisa mu linya-
14 lye emirembe gyona. Naye Musa omusaja wa
Katonda, batabanibe bayatulwa mu kika kya
15 Levi. Batabani ba Musa; Geresomu ne Erieza.
16, 17 Batabani ba Geresomu; Sebueri omukulu. Ne
batabani ba Erieza be bano, Lekabiya omukulu.
Erieza nataba na bana balala ba bulenzi; naye ba-
18 tabani ba Lekabiya nebaba bangi nyo. Batabani
19 ba Izikala; Seromisi omukulu. Batabani ba Ke-
beroni; Yeriya omukulu, Amaliya owokubiri, Ya-
kazieri owokusatu, ne Yekameamu owokuna.
20 Batabani ba Uzieri; Mika omukulu, ne Isiya owo-
21 kubiri. Batabani ba Merali; Mali ne Musi.
22 Batabani ba Mali; Ereazala ne Kisi. Ereazala nafa,
nga talina bana ba bulenzi, wabula abobuwala be-
rere: baganda babwe batabani ba Kisi nebabafu-
23 mbirwa. Batabani ba Musi; Mali ne Edera, ne
24 Yeremosi, basatu. Abo be bali batabani ba Levi
ngenyumba za bakitabwe bwezali, gye mitwe
(gyenyumba) za bakitabwe ezabo ababalibwa kubo,
mu muwendo gwamanya ngemitwe gyabwe bwe-

gyali, abakola omulimu ogwokuwereza okwomunyumba ya Mukama, abakamaze emyaka amakumi abiri nokukirawo. Kubanga Daudi nayogera nti Mukama Katonda wa Isiraeri awade abantube emirembe; era Abera mu Yerusalemi emirembe gyona: era Abalevi tekikyabagwaniranga kusitula ewema nebintu byona byako olwokuwereza kwayo. Kubanga olwebigambo bya Daudi ebyenkomerero abana ba Levi kyebava babalibwa, abakamaze emyaka amakumi abiri nokukirawo. Kubanga omulimu gwabwe kuwereza batabani ba Aloni olwokuwereza okwomunyumba ya Mukama, mumpya ne mu bisenge, ne mu kutukuza ebintu byona ebitukuvu, gwe mulimu ogwokuwereza okwomunyumba ya Katonda; era nolwemigati egyokulaga nolwobuta obulungi obwekiwebwayo ekyobuta, oba migati gya mpewere egitazimbulukuswa oba ekyo ekisikibwa ku kikango, oba ekyo ekinyikibwa, nolwengeri zona ekigero bwekyenkana nobunene bwebwenkana; nokuimiriranga buli nkya okwebaza nokutendereza Mukama, era bwebatyo akawungezi; nokuwangayo ebiwebwayo ebyokebwa byona eri Mukama, ku sabiti, nemyezi nga kyegije giboneke, ne ku mbaga ezatekebwawo, omuwendo gwabyo ngekiragiro kyabyo bwekiri, obutayosa mu maso ga Mukama: era bakumenga ewema eyokusisinkanirangamu gyebateresebwa, nekifo ekitukuvu kyebateresebwa, nebyo batabani ba Aloni baganda babwe byebateresebwa, olwokuwereza okwomunyumba ya Mukama.

24

Nempalo za batabani ba Aloni (zali zino). Batabani ba Aloni; Nadabu ne'Abiku, Ereazala ne Isamala. Naye Nadabu ne Abiku nebasoka kitabwe

okufa, nga tebalina bana: Ereazala ne Isamala
3 kyebava bakola omulimu ogwobwakabona. Daudi
wamu ne Zadoka owokubatabani ba Ereazala ne
Akimereka owokubatabani ba Isamala nebabasa-
lamu ngebisanja byabwe bwebyali mu kuwereza
4 kwabwe. Awo newalabika abasaja abakulu ku
batabani ba Ereazala bangi okusinga abokubataba-
ni ba Isamala; era (bwebati) bwebasalibwamu: ku
batabani ba Ereazala kwaliko kumi nomukaga,
emitwe gyenyumba za bakitabwe; ne ku batabani
ba Isamala, ngenyumba za bakitabwe bwezali, mu-
5 nana. Bwebati bwebasalibwamu na bululu, emiti-
ndo gyona wamu; kubanga waliwo abakulu abomu-
kifo ekitukuvu nabakulu ba Katonda, ku batabani
6 ba Ereazala era ne ku batabani ba Isamala. Awo
Semaya mutabani wa Nesaneri omuwandisi owoku
Balevi, nabawandikira mu maso ga kabaka naba-
kulu ne Zadoka kabona ne Akimereka mutabani
wa Abiasala nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe
eza bakabona Nabalevi; enyumba emu eya baki-
tabwe ngeronderwa Ereazala nendala ngeronderwa
7 Isamala. Awo akalulu akoluberyeberye nekamu-
8 gwako Yekoyalibu, akokubiri Yedaya; akukoku-
9 satu Kalimu, akokuna Seolimu; akokutano Mali-
10 kiya; akomukaga Miyamini; akomusanvu Ka-
11 kozi, akomunana Abiya; akomwenda Yesua;
12 akekumi Sekaniya; akekumi nakamu Eriasibu,
13 nakekumi nobubiri Yakimu; akekumi nobusatu
14 Kupa, akekumi nobuna Yesebeabu; akekumi
15 nobutano Biriga, akekumi nomukaga Imera; ake-
kumi nomusanvu Kezira, akekumi nomunana
16 Kapizezi; akekumi nomwenda Pesakiya, akama-
17 kumi abiri Yekezikeri; akabiri mu kamu Yakini,
18 akabiri mu bubiri Gamuli; akabiri mu busatu
19 Deraya, akabiri mu buna Maaziya. Bino bye
byali ebisanja byabwe mu kuwereza kwabwe, oku-
ingiranga mu nyumba ya Mukama ngekiragiro
bwekyali kyebawebwa mu mukono gwa Aloni

jaja wabwe, nga Mukama Katonda wa Isiraeri bweyali amulagide.

Ne ku batabani ba Levi abalala: ku batabani 20
ba Amulamu, Subaeri; ku batabani ba Subaeri,
Yedeya. Ku Lekabiya: ku batabani ba Lekabi- 21
ya, Isiya omukulu. Ku Baizikala, Seromosi; ku 22
batabani ba Seromosi, Yakasi. Ne batabani (ba 23
Keberoni); Yeriya (omukulu), Amaliya owokubiri, Yakazieri owokusatu, Yekameamu owokuna.
Batabani ba Uzieri, Mika; ku batabani ba Mika, 24
Samira. Muganda wa Mika, Isiya: ku batabani 25
ba Isiya, Zekaliya. Batabani ba Merali; Mali ne 26
Musi: batabani ba Yaaziya; Beno. Batabani ba 27
Merali; ku Yaaziya, Beno ne Sokamu, ne Zakula,
ne Ibiri. Ku Mali; Ereazala, atazala bana ba bule- 28
nzi. Ku Kisi; batabani ba Kisi, Yerameeri. 29
Ne batabani ba Musi: Mali ne Edera, ne Yerimosi. 30
Abo be bali batabani Babalevi ngenyumba za ba-
kitabwe bwezali. Era ne bano bwebatyo nebaku- 31
ba obululu nga baganda babwe batabani ba Aloni
mu maso ga Daudi kabaka, ne Zadoka ne Akime-
reka nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe eza baka-
bona Nabalevi; (enyumba) za bakitabwe ezomu-
kulu okufanana eza mugandawe omuto.

25

Era nate Daudi nabami begye nebāwulira 1
okuwereza okwo abamu ku batabani ba Asafu
aaba Kemani naba Yedusuni, abokulagula nena-
nga, nentongoli, nebitasa: nomuwendo gwabo
abakola omulimu ngokuwereza kwabwe bwe-
kwali gwali bweguti: ku batabani ba Asafu; 2
Zakula ne Yusufu ne Nesaniya ne Asalera, bata-
bani ba Asafu; wansi womukono gwa Asafu eya- 3
lagulanga ngekiragiro kya kabaka bwekyali. Ku
Yedusuni: batabani ba Yedusuni; Gedaliya ne

Zeri ne Yesaya ne Kasabiya ne Matisiya, mukaga; wansi wemikono gya kitabwe Yedusuni
nga balina enanga, abalagulanga nga bebaza era
4 nga batendereza Mukama. Ku Kemani: batabani ba Kemani; Bukiya, Mataniya, Uzieri,
Sebueri, ne Yerimosi, Kananiya, Kanani, Eriasa,
Gidaliti, ne Lomamutiezera, Yosibekasa, Malosi,
5 Kosira, Makaziosi: abo bona bali batabani ba
Kemani omulabi wa kabaka mu bigambo bya
Katonda, okuimusanga ejembe. Katonda nawa
Kemani abana abobulenzi kumi na bana nabobu-
6 wala basatu. Abo bona babanga wansi wemikono gya kitabwe okuimbanga mu nyumba ya
Mukama, nebitasa, nentongoli, nenanga, olwokuwereza okwomunyumba ya Katonda; Asafu,
Yedusuni, ne Kemani nga bali wansi wekiragiro
7 kya kabaka. Nomuwendo gwabo wamu ne baganda babwe abaigirizibwa okuimbira Mukama,
bona abalina amagezi, gwali ebikumi bibiri mu
8 kinana mu munana. Nebakubira ebyo byebaba
bateresebwa obululu bona okwenkana, abato
9 era nabakulu, omuigiriza era nomuigirizwa. Awo
akalulu akoluberyeberye nekamugwako Yusufu
olwa Asafu: akokubiri Gedaliya; ye ne baga-
10 ndabe ne batabanibe bali kumi nababiri: ako-
kusatu Zakula, batabanibe ne bagandabe, kumi
11 nababiri: akokuna Iziri, batabanibe ne baga-
12 ndabe, kumi nababiri: akokutano Nesaniya,
13 batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: ako-
mukaga Bukiya, batabanibe ne bagandabe, kumi
14 nababiri: akomusanvu Yesalera, batabanibe ne
15 bagandabe, kumi nababiri: akomunana Yesaya,
16 batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: ako-
mwenda Mataniya, batabanibe ne bagandabe,
17 kumi nababiri: akekumi Simei, batabanibe ne
18 bagandabe, kumi nababiri: akekumi nakana
Azaleri, batabanibe ne bagandabe, kumi naba-
19 biri: akekumi nobubiri Kasabiya, batabanibe ne

bagandabe, kumi nababiri: akekumi nobusatu, 20
Subaeri, batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: akekumi nobuna Matisiya, batabanibe ne 21
bagandabe, kumi nababiri: akekumi nobutano 22
Yeremosi, batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: akekumi nomukaga Kananiya, batabanibe 23
ne bagandabe, kumi nababiri: akekumi nomu- 24
sanvu Yosibekasa, batabanibe ne bagandabe, kumi nabaibiri: akekumi nomunana Kanani, bataba- 25
nibe ne bagandabe, kumi nababiri: akekumi 26
nomwenda Malosi, batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: akamakumi abiri Eriasa, bata- 27
banibe ne bagandabe, kumi nababiri: akabiri 28
mu kamu Kosira, batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: akabiri mu bubiri Gidaliti, batabanibe 29
ne bagandabe, kumi nababiri: akabiri mu busatu 30
Makaziyosi, batabanibe ne bagandabe, kumi nababiri: akabiri mu buna Lomamutiezera, bataba- 31
nibe ne bagandabe, kumi nababiri.

26

Olwempalo zabagazi: ku Bakola; Meseremiya 1
mutabani wa Kole, ku batabani ba Asafu. Era 2
Meseremiya yalina bana abobulenzi; Zekaliya omuberyeberye, Yediyaeri owokubiri, Zebadiya owokusatu, Yasinieri owokuna; Eramu owoku- 3
tano, Yekokanani owomukaga, Eriekoenai owomusanvu. Era Obededomu yalina abana abobu- 4
lenzi; Semaya omuberyeberye, Yekozabada owokubiri, Yoa owokusatu, ne Sakala owokuna, ne Nesaneri owokutano; Amieri owomukaga, Isa- 5
kali owomusanvu, Peulesai owomunana: kubanga Katonda namuwa omukisa. Era Semaya 6
mutabaniwe nazalirwa abana abobulenzi, abafuga enyumba ya kitabwe: kubanga bali basaja ba manyi abazira. Batabani ba Semaya; Osini, ne 7

Lefaeri, ne Obeda, ne Erizabada, baganda babwe
8 basaja bazira, Eriku, ne Semakiya. Abo bona
bali ba ku bana ba Obededomu: bo ne batabani
babwe ne baganda babwe, abasaja abamanyi aba-
mala okuwereza okwo; amakumi asatu mu babiri
9 aboku Obededomu. Era Meseremiya yalina abana
naboluganda, abasaja abazira, kumi na munana.
10 Era Kosa owokubana ba Merali yalina abana;
Simiri omukulu, [kubanga kitawe namufula omu-
11 kulu newakubade nga siye muberyeberye;] Kiri-
kiya owokubiri, Tebaliya owokusatu, Zekaliya
owokuna: batabani ba Kosa bona ne bagandabe
12 bali kumi nabasatu. Empalo zabagazi zali zabo,
za basaja bakulu, nga baliko byebateresebwa nga
baganda babwe, okuwererezanga mu nyumba ya
13 Mukama. Nebakuba obululu, abato era naba-
kulu, ngenyumba za bakitabwe bwezali olwa buli
14 mulyango. Akalulu akebuvanjuba nekamu-
gwako Seremiya. Awo nebakubira obululu Ze-
kaliya mutabaniwe, omutesa owamagezi; akalu-
15 luke nekamugwako ku bukika obwa kono. Obe-
dedomu ku bukika obwadyo; ne batabanibe
16 (nebawebwa) egwanika. Supimu ne Kosa ebu-
gwanjuba, awali omulyango Salekesi awali olu-
tindo oluyambuka, abakumi nga bolekera ba-
17 kumi banabwe. Abalevi mukaga bali ku luwi
olwebuvanjuba, ku bukika obwa kono buli
lunaku bana, ku bukika obwadyo buli lunaku
18 bana, nabegwanika babiri babiri. Aba Palibali
ku luwi olwebugwanjuba, awali olutindo bana,
19 ne ku Palibali babiri. Ezo ze zali empalo
zabagazi; ku batabani Babakola ne ku batabani
ba Merali.

20 Ne ku Balevi, Akiya ye yali omukulu wamawa-
nika genyumba ya Katonda, era wamawanika ge-
21 bintu ebyawongebwa. Batabani ba Ladani; bata-
bani Babageresoni aba Ladani, emitwe (gyenyu-
mba) za bakitabwe eza Ladani Omugeresoni; Ye-

kieri. Batabani ba Yekieri; Zesamu, ne Yoeri 22
mugandawe, abakulu bamawanika genyumba ya
Mukama. Ku Baamulamu, ku Baizikala, ku Ba- 23
keberoni, ku Bauzieri: ne Sebueri mutabani wa 24
Geresomu, mutabani wa Musa, ye yali omukulu
wamawanika. Ne bagandabe; ku Erieza (neku- 25
va) Lekabiya mutabaniwe, ne Yesaya mutabaniwe,
ne Yolamu mutabaniwe, ne Zikiri mutabaniwe,
ne Seromosi mutabaniwe. Seromosi oyo ne ba- 26
gandabe be bali abakulu bamawanika gona age-
bintu ebyawongebwa, Daudi kabaka nemitwe
(gyenyumba) za bakitabwe, abami benkumi nebi-
kumi, nabami begye, byebawonga. Ku munyago 27
gwebanyaga mu ntalo kwebagya okuwonga oku-
dabiriza enyumba ya Mukama. Ne byona Sa- 28
muiri nabi ne Saulo mutabani wa Kisi ne Abi-
nera mutabani wa Nera ne Yoabu mutabani wa
Zeruiya byebawonga; buli muntu yena eyawonga
ekintu kyona, kyabangq wansi womukono gwa
Seromosi ne bagandabe. Ku Baizikala, Kenaniya 29
ne batabanibe bafuganga Isiraeri olwomulimu
ogwebweru, okuba abami nabalamuzi. Ku Bake- 30
beroni, Kasabiya ne bagandabe, abasaja abazira,
lukumi mu lusanvu, be balabiriranga Isiraeri
emitala wa Yolidani ebugwanjuba; olwomulimu
gwona ogwa Mukama nolwokuwereza kabaka.
Yeriya yali mukulu ku Bakeberoni, ku Bake- 31
beroni kweyali, ngokuzalibwa kwabwe bwekwali
mu (nyumba) za bakitabwe. Mu mwaka ogwana
Daudi kasokede alya nebanonyezebwa, nemula-
bika mubo abasaja abamanyi abazira Eyazera Ekye-
gireada. Ne bagandabe abasaja abazira bali 32
enkumi biri mu lusanvu, emitwe (gyenyumba) za
bakitabwe, kabaka Daudi beyafula abalabirizi
Babaleubeni Nabagada nekitundu kyekika Ekya-
bamanase, olwa buli kigambo kya Katonda, nolwe-
bigambo bya kabaka.

27

1 Awo abana ba Isiraeri ngomuwendo gwabwe
bwegwali, emitwe (gyenyumba) za bakitabwe
nabami benkumi nabebikumi nabakulu babwe
abawerezanga kabaka mu buli kigambo ekye-
mpalo ezaingiranga nezifulumanga buli mwezi
okumala emyezi gyona egyomwaka, aba buli lu-
2 walo bāli obukumi bubiri mwenkumi nya. Yaso-
beamu mutabani wa Zabudieri ye yali omukulu
woluwalo olwoluberyeberye olwomumwezi ogwo-
luberyeberye: ne mu luwalolwe mwalimu obu-
3 kumi bubiri mwenkumi nya. (Oyo yali) wa ku
bana ba Perezi, omukulu wabami bona abegye
4 mu mwezi ogwoluberyeberye. Ne Dodai Omwa-
koa noluwalolwe ye yali omukulu woluwalo
olwomwezi ogwokubiri; ne Mikalosi omukungu:
ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwe-
5 nkumi nya. Benaya nfutabani wa Yekoyada
kabona omukulu ye yali omwami owokusatu
owegye owomumwezi ogwokusatu: ne mu luwa-
lolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya.
6 Ono ye Benaya oyo eyali omusaja owamanyi
owokwabo amakumi asatu, era omukulu wabo
amakumi asatu: ne Amizabada mutabaniwe
7 yali (wa ku) luwalolwe. Asakeri muganda wa
Yoabu ye yali (omwami) owokuna owomumwezi
ogwokuna, ne Zebadiya mutabaniwe oluvanyu-
malwe: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi
8 bubiri mwenkumi nya. Samusi Omuizira ye
yali omwami owokutano owomumwezi ogwoku-
tano: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi
9 bubiri mwenkumi nya. Ira mutabani wa Ikesi
Omutekoa ne yali (omwami) owomukaga owomu-
mwezi ogwomukaga: ne mu luwalolwe mwalimu
10 obukumi bubiri mwenkumi nya. Kerezi Omu-
peroni owokubana ba Eferaimu ye yali (omwami)

owomusanvu owomumwezi ogwomusanvu: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya. Sibekai Omukusasi owoku Bazera ye yali (omwami) owomunana owomumwezi ogwomunana: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya. Abiezera Omwanasosi owoku Babenyamini ye yali (omwami) owomwenda owomumwezi ogwomwenda: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya. Makalai Omunetofa owoku Bazera ye yali (omwami) owekumi owomumwezi ogwekumi: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya. Benaya Omupirasoni owokubana ba Eferaimu ye yali (omwami) owekumi nomu owomumwezi ogwekumi nogumu: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya. Keridai Omunetofa, owa Osinieri, ye yali (omwami) owekumi nababiri owomumwezi ogwekumi nebiri: ne mu luwalolwe mwalimu obukumi bubiri mwenkumi nya.

Nate abafuga ebika bya Isiraeri: ku Baleubeni Erieza mutabani wa Zikiri afuga: ku Basimeoni Sefatiya mutabani wa Maaka: ku Levi Kasabiya mutabani wa Kemueri: ku Aloni Zadoka: ku Yuda Eriku, omu ku baganda ba Daudi: ku Isakali Omiri mutabani wa Mikaeri: ku Zebuluni Isimaya mutabani wa Obadiya: ku Nafutali Yeremosi mutabani wa Azirieri: ku bana ba Eferaimu Kosea mutabani wa Azaziya: ku kitundu kyekika kya Manase Yoeri mutabani wa Pedaya: ku kitundu (kyekika) kya Manase mu Gireada Ido mutabani wa Zekaliya: ku Benyamini Yaasieri mutabani wa Abinera: ku Dani Azaleri mutabani wa Yerokamu. Abo be bali abami bebika bya Isiraeri. Naye Daudi natabala muwendo gwabo abakamaze emyaka amakumi abiri nabatanaba kutusa egyo, kubanga Mukama yali ayogede ngalyongera Isiraeri ngemunyenye

24 ezomugulu. Yoabu mutabani wa Zeruiya yatanula okubala, naye natamala; obusungu kyebwava buja ku Isiraeri; so nomuwendo tegwawandikibwa mu kitabo ekyebyomumirembe gya
25 kabaka Daudi. Era Azimavesi mutabani wa Adieri yali mukulu wamawanika ga kabaka: ne Yonasani mutabani wa Uziya yali mukulu wamawanika agokutale nagomubibuga nagomubyalo nagomubigo:
26 ne Ezeri mutabani wa Kerubu ye yali omukulu wabo abakola emirimu egyomunimiro olwokulima
27 etaka: ne Simei Omulama ye yali omukulu wensuku zemizabibu: ne Zabudi Omusifamu ye yali omukulu webibala ebyensuku olwamasenero
28 agomwenge: ne Baalikanani Omugedea ye yali omukulu wemizeituni nemisukomoli egyali mu nsenyi: ne Yoasi ye yali omukulu wamawanika
29 gamafuta: ne Sitirai Omusaloni ye yali omukulu webisibo ebyalundibwa mu Saloni: ne Safati mutabani wa Adalai ye yali omukulu webi-
30 sibo ebyali mu biwonvu: ne Obiri Omuisimaeri ye yali omukulu wengamira: ne Yedeya Omu-
31 meronosi ye yali omukulu wendogoi: ne Yaziri Omukagali ye yali omukulu wembuzi. Abo bona be bali abakulu bebintu ebya kabaka Daudi.
32 Ne Yonasani kitawe omuto owa Daudi yali mutesa wa bigambo, omusaja omutegevu era omuwandisi: ne Yekieri mutabani wa Kakamoni
33 yabanga wamu nabana ba kabaka: ne Akitoferi ye yatesanga ebigambo bya kabaka: Kusai Omwa-
34 laki ye yali mukwano gwa kabaka: Yekoyada mutabani wa Benaya nadirira Akitoferi, ne Abiasala: ne Yoabu ye yali omwâmi wegye lya kabaka.

28

DAUDI nakunganya abakungu bona aba Isiraeri, 1
abakungu bebika nabami bebitongole abawere-
zanga kabaka mu mpalo, nabami benkumi na-
bami bebikumi nabakulu bebintu byona nobu-
gaga ebya kabaka ne batabanibe, wamu nabami
nabasaja abamanyi, abasaja bona abamanyi abazira,
Yerusalemi. Awo Daudi kabaka naimirira ku 2
bigerebye nayogera nti Mumpulire, baganda
bange era abantu bange: nze kyali mu mutima
gwange okuzimbira esanduke eyendagano ya
Mukama nentebe yebigere eya Katonda wafe
enyumba eyokuwumuliramu; era nali ntegese
okuzimba. Naye Katonda nangamba nti Tozi- 3
mbira linya lyange enyumba, kubanga gwe mu-
saja wa ntalo, era wayiwa omusai. Naye Mukama 4
Katonda wa Isiraeri yanonda nganziya mu nyu-
mba yona eya kitange okuba kabaka wa Isiraeri
emirembe gyona: kubanga yalonda Yuda okuba
omulangira; ne mu nyumba ya Yuda (nalo-
ndamu) enyumba ya kitange; ne mu bana ba
kitange nansanyukira nze okunfula kabaka wa
Isiraeri yena: ne ku batabani bange bona [ku- 5
banga Mukama ampade abana bangi] nalondamu
Sulemani mutabani wange okutula ku ntebe eyo-
bwakabaka bwa Mukama okufuga Isiraeri. Na- 6
ngamba nti Sulemani mutabaniwo yalizimba
enyumba yange nempya zange: kubanga namu-
londa okuba mutabani wange, nange ndiba ki-
tawe. Era ndinyuweza obwakabakabwe emi- 7
rembe gyona, bwananyikiranga okukola ebiragiro
byange nemisango gyange nga lero. Kale no mu 8
maso ga Isiraeri yena, ekunganiro lya Mukama,
ne Katonda wafe ngawulira, mukwatenga muno-
nyenga ebiragiro byona ebya Mukama Katonda
wamwe: mulye ensi eno enungi mugirekere

abana bamwe okuba obusika emirembe gyona
9 abalibawo oluvanyuma lwamwe. Nawe, Sulemani, mutabani wange, tegera Katonda wa kitawo, omuwerezenga nomutima ogutukiride nememe esanyuka: kubanga Mukama akebera emitima gyona, era ategera okufumitiriza kwona okwebirowozo: bwonomunonyanga, alirabika gyoli; naye bwolimuvako, alikugoba emirembe
10 gyona. Wekume no; kubanga Mukama alonze gwe okuzimba enyumba eyekigwa: ba namanyi okikole.
11 Awo Daudi nawa Sulemani mutabaniwe ekyokulabirako ekyekisasi (kyeyekalu) nenyumba zako namawanika gako nenju zako eza wagulu nebisenge byako ezomunda nekifo ekyentebe eyo-
12 kusasira: nekyokulabirako ekya byona byeyalina olwomwoyo, ebyempya ezenyumba ya Mukama nebisenge byona ebyetolode namawanika genyumba ya Katonda namawanika gebintu ebiwo-
13 ngebwa: era ebyempalo za bakabona Nabalevi nebyomulimu gwona ogwokuwereza okwomunyumba ya Mukama, nebyebintu byona ebiwe-
14 reza mu nyumba ya Mukama: zabu epimibwa (olwebintu) ebya zabu, olwebintu byona ebiwereza okuwereza kwona; (feza) epimibwa olwebintu byona ebya feza, olwebintu byona ebiwe-
15 reza okuwereza kwona: era ebyetabaza eza zabu ebipimibwa, nebyetabaza zakyo, zabu epimibwa ya buli kikondo era ya tabaza zakyo: era ya bikondo ebya feza, (feza) epimibwa ya (buli) kikondo era ya tabaza zakyo, ngokuwereza okwa
16 buli kikondo: ne zabu eyapimibwa eyemeza ezemigati egyokulaga, eya buli meza; ne feza eye-
17 meza ezefeza: nebyokukwasa enyama nebibya nendeku, bya zabu nungi: era ya bakuli za zabu, zabu eyapimibwa eya buli bakuli; era ya bakuli
18 eza feza, feza eyapimibwa eya buli bakuli: era eyekyoto ekyobubane, zabu nongofu eyapimibwa

era zabu ya kya kulabirako ekyegali, (be) bakerubi abayanjala (ebiwawatiro byabwe) nebabika ku sanduke eyendagano ya Mukama. Ebyo 19
byona, (bweyayogera Daudi,) nabitegezebwa mu biwandiko ebiva eri omukono gwa Mukama, gye mirimu gyona egyomutindo guno. Daudi na- 20
gamba Sulemani mutabaniwe nti Ba na manyi ogume omwoyo okikole: totya so totekemuka: kubanga Mukama Katonda, Katonda wange, ali nawe; talikwabulira so talikuleka okutusa omulimu gwona ogwokuwereza okwomunyumba ya Mukama lwegulitukirira. Era, laba, waliwo 21
empalo za bakabona Nabalevi olwokuwereza kwona okwomunyumba ya Katonda: era waliba nawe mu mulimu ogwengeri zona buli musaja ayagala kububwe alina amagezi agokuwereza kwona: era nabami nabantu bona banagondereranga dala okulagirakwo.

29

Daudi kabaka nagamba ekibina kyona nti 1
Sulemani mutabani wange Katonda gwalonze yeka akyali mwana muto, nomulimu munene: kubanga eryumba si lya bantu naye lya Mukama Katonda. Nze no ntegekede enyumba ya Ka- 2
tonda wange namanyi gange gona zabu (eyebintu) ebya zabu, ne feza (eyebintu) ebya feza, nebikomo (ebyebintu) ebyebikomo, ebyuma (ebyebintu) ebyebyuma, nemiti (egyebintu) ebyemiti; amainja aga onuku (namainja) agokutona, amainja agomulimu ogwenjola nagamabala mangi, namainja agomuwendo omungi agengeri zona namainja amanyirivu mangi nyo. Era nate kubanga ntade 3
okwagala kwange ku nyumba ya Katonda wange, kubanga nina obugaga bwange kubwange obwa zabu ne feza, mbuwa enyumba ya Katonda wange,

okusukiriza byona byentegekede enyumba entu-
4 kuvu ; talanta eza zabu enkumi satu, zabu ya
Ofira, ne talanta eza feza eyalongosebwa kasanvu,
5 okubika ku bisenge byenyumba nayo : zabu ya
(bintu) ebya zabu, ne feza ya (bintu) ebya feza,
nolwemirimu egyengeri zona (egirikolebwa) nemi-
kono gyabafundi. Kale ani awayo kununbwe
6 okwewonga lero eri Mukama? Awo abakulu
(benyumba) za bakitabwe nabakulu bebika bya
Isiraeri nabami benkumi nabebikumi wamu na-
balabirizi bemirimu gya kabaka, nebawayo ku-
7 bwabwe ; nebawa olwokuwereza okwomunyumba
ya Katonda, zabu talanta enkumi tano ne daliki
kakumi, ne feza talanta kakumi, nebikomo ta-
lanta kakumi mu kanana, nebyuma talanta ka-
8 sirivu. Nabo abalabika nga balina amainja
(agomuwendo omungi) nebagawa eri obugaga
obwomunyumba ya Mukama wansi womukono
9 wa Yekieri Omugeresoni. Awo abantu neba-
sanyuka kubanga bawayo kubwabwe, kubanga
bawayo kubwabwe eri Mukama nomutima ogu-
tukiride : era ne Daudi kabaka nasanyuka esanyu
10 dene. Daudi kyeyava amwebaza Mukama mu
maso gekibina kyona : Daudi nayogera nti Weba-
zibwe, ai Mukama, Katonda wa Isiraeri jaja
11 wafe, emirembe nemirembe. Obukulu bubwo
namanyi nekitibwa nokuwangula nokugulumi-
zibwa : kubanga byona ebiri mu gulu nebiri
munsi (bibyo) ; obwakabaka bubwo, ai Mukama,
era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byona.
12 Obugaga era nekitibwa biva gyoli, era gwofuga
bona ; era mu mukonogwo mwe muli obuinza
namanyi ; era mu mukonogwo mwe muli oku-
13 kuza nokuwa bona amanyi. Kale no, Katonda
wafe, tukwebaza netutendereza erinyalyo erye-
14 kitibwa. Naye nzani nabantu bange kye ki, fe
okuinza okuwayo bwetutyo kubwafe dala? ku-
banga byona biva gyoli, era tukuwade ku bibyo.

Kubanga fe tuli bagenyi mu masogo era bata- 15
mbuze nga bajaja bafe bona bwebali: enaku zafe
ezokunsi ziri ngekisikirize, so tewali kuberera.
Ai Mukama Katonda wafe, ebintu bino byona 16
byetutegese okukuzimbira enyumba olwerinyalyo
etukuvu biva mu mukonogwo, era byona bibyo.
Era manyi, Katonda wange, nga gwokema omu- 17
tima era osanyukira amazima. Nze, nga nina
omutima ogwamazima, mpadeyo kubwange bino
byona: era kakano ndabye abantubo abali wano
nga bawayo kubwabwe gyoli nensanyuka. Ai 18
Mukama, Katonda wa Ibulaimu, owa Isaka, era
owa Isiraeri, bajaja bafe, onyuweze kino mu
kufumitiriza kwebirowozo ebyomumutima gwa-
bantubo, oteketeke omutima gwabwe gyoli: era 19
omuwe Sulemani mutabani wange omutima ogu-
tukiride okukwata ebiragirobyo, nebyo byewa-
tegeza, namatekago, nokukola ebyo byona, noku-
zimba enyumba gyentegekede. Daudi nagamba 20
ekibina kyona nti Kakano mumwebaze Mukama
Katonda wamwe. Ekibina kyona nebamwebaza
Mukama Katonda wa bajaja babwe, nebakutama
emitwe gyabwe nebasinza Mukama ne kabaka.
Nebawayo sadaka eri Mukama, nebawayo ebiwe- 21
bwayo ebyokebwa eri Mukama ku lwokubiri
olunaku olwo nga luwede, ente lukumi nendiga
enume lukumi nabana bendiga lukumi nebiwe-
bwayo byako ebyokunywa, ne sadaka nyingi nyo
olwa Isiraeri yena; nebalira nebanywera mu 22
maso ga Mukama ku lunaku olwo nebasanyuka
nyo. Nebamufula Sulemani mutabani wa Daudi
kabaka omulundi ogwokubiri, nebamufukako
amafuta eri Mukama okuba omulangira ne Za-
doka okuba kabona. Awo Sulemani natula ku 23
ntebe ya Mukama nga ye kabaka mu kifo kya
Daudi kitawe, nalaba omukisa; Isiraeri yena
nebamugondera. Abakulu bona nabasaja aba- 24
manyi era ne batabani ba Daudi kabaka bona

25 nebagondera Sulemani kabaka. Mukama nagulumiza nyo Sulemani mu maso ga Isiraeri yena, namuwa ekitibwa ekyobwakabaka ekitalabwanga ku kabaka yena eyamusoka mu Isiraeri.
26 Era Daudi mutabani wa Yese yafuga Isiraeri
27 yena. Nebiro byeyafugira Isiraeri byali emyaka amakumi ana; yafugira emyaka musanvu Ekeberoni, era yafugira (emyaka) asatu mwesatu mu
28 Yerusalemi. Nafa ngakadiye bulungi, ngajude enaku nobugaga nekitibwa: Sulemani muta-
29 baniwe nafuga mu kifokye. Era ebikolwa bya Daudi kabaka, ebyasoka nebyamalirwako, laba, byawandikibwa mu bigambo bya Samuiri omulabi ne mu bigambo bya Nasani nabi ne mu
30 bigambo bya Gada omulabi; era nokufugakwe kwona namanyige nebiro ebyamuitako ye ne Isiraeri namatwale gona agensi ezo.

EKITABO
EKYEBYOMUMIREMBE
GYA BAKABAKA EKYOKUBIRI.

1

1 Awo Sulemani mutabani wa Daudi nanyuwezebwa mu bwakabakabwe, Mukama Katondawe
2 naba naye, namugulumiza nyo. Sulemani nagamba Isiraeri yena, abami benkumi nabebikumi nabalamuzi na buli mukulu mu Isiraeri yena,
3 emitwe gyenyumba za bakitabwe. Awo Sulemani nekibina kyona wamu naye nebagenda mu kifo

ekigulumivu ekyali Egibeoni; kubanga eyo ye
yali ewema ya Katonda eyokusisinkanirangamu,
Musa omudu wa Mukama gyeyakola mu lukola.
Naye esanduke ya Katonda Daudi yali agirinyisiza 4
nagigya Ekiriasiyealimu nagireta mu kifo Daudi
kyeyagitegekera: kubanga yali agikubide ewema
Eyerusalemi. Era nate ekyoto ekyekikomo Beza- 5
leri mutabani wa Uli mutabani wa Kula kyeya-
kola kyali eyo mu maso gewema ya Mukama:
Sulemani nekibina nebagendanga gyekiri. Sule- 6
mani nayambukayo eri ekyoto ekyekikomo mu
maso ga Mukama ekyali ku wema eyokusisinka-
nirangamu, nawerayo okwo ebiwebwayo ebyoke-
bwa lukumi.

Mu kiro ekyo Katonda nalabikira Sulemani, 7
namugamba nti Saba kyemba nkuwa. Sulemani 8
nagamba Katonda nti Walaga Daudi kitange ekisa
kingi, nonfula kabaka mu kifokye. Kale, ai 9
Mukama Katonda, ekigambo kyewasubiza Daudi
kitange kinyuwezebwe: kubanga onfude kabaka
wabantu abafanana enfufu eyokunsi obungi. Mpa 10
no amagezi nokumanya, nfulumenga nyingirenga
mu maso gabantu bano: kubanga ani ainza oku-
salira emisango abantubo bano abenkanide awo
obukulu? Katonda nagamba Sulemani nti Ku- 11
banga ekyo kibade mu mutimagwo, so tosabye
bugaga, ebintu, newakubade ekitibwa, newaku-
bade obulamu bwabo abakukyawa, so tosabye
kuwangala; naye wesabide amagezi nokumanya,
osalirenga emisango abantu bange, benkufulide
kabaka: amagezi nokumanya oweredwa; era ndi- 12
kuwa nobugaga nebintu nekitibwa byatabanga
nabyo nomu ku bakabaka abakusoka, so tewaliba
oluvanyumalwo aliba nabyo. Awo Sulemani 13
nava (ku lugendolwe) naja eri ekifo ekigulumivu
ekyali Egibeoni, ngava mu maso gewema eyo-
kusisinkanirangamu naja Eyerusalemi; nafuga
Isiraeri.

14 Sulemani nakunganya amagali nabebagala embalasi: era yalina amagali lukumi mu bina nabebagala embalasi kakumi mwenkumi biri, beyateka
15 mu bibuga ebyamagali nawali kabaka Eyerusalemi. Kabaka nafula feza ne zabu okuba ngamainja,
16 nemivule yagifula okuba nge misukomoli egiri mu nsenyi obungi. Era embalasi Sulemani zeyalina
17 bazigyanga mu Misiri; abasubuzi ba kabaka nebaziwebwanga bisibo, buli kisibo nomuwendo gwakyo. Era egali balikimanga nga baligya mu Misiri nga lijirira (sekeri) lukaga eza feza, nembalasi ngejirira kikumi mwatano; era bakabaka bona Ababakiti bwebatyo ne bakabaka Abebusuli, bazigyangamu mu mukono gwabwe.

2

1 Awo Sulemani nayagala okuzimbira erinya lya Mukama enyumba, nenyumba yobwakabakabwe.
2 Sulemani nayawula abasaja obukumi musanvu, okusitulanga emigugu, nabasaja obukumi munana abatemanga ku nsozi, nenkumi satu mu lukaga
3 okubalabiriranga. Sulemani natuma eri Kulamu kabaka Wetulo ngayogera nti Nga bwewakolanga Daudi kitange nomuwereza emivule okuzimba enyumba okubera omwo, (bwotyo okolanga nange).
4 Laba, nzimbira erinya lya Mukama Katonda wange enyumba okugiwonga eri ye, nokwotereza mu masoge obubane obwebyakalosa ebiwomerevu, nolwemigati egitagwawo, nolwebiwebwayo ebyokebwa enkya nakawungezi, ku sabiti nemyezi nga kyegije giboneke ne ku mbaga ezatekebwawo eza Mukama Katonda wafe. Kino kye (kiragiro)
5 ekyemirembe gyona eri Isiraeri. Nenyumba gyenzimba nene: kubanga Katonda wafe mukulu
6 okusinga bakatonda bona. Naye ani ainza okumuzimbira enyumba, kubanga egulu negulu erya

wagulu taligyamu? nze no nzani 'muzimbire
enyumba, wabula okwoterezanga obubane mu ma-
soge? Kale no, mpereza omusaja alina amagezi 7
okukola omulimu ogwa zabu, ne feza nebikomo
nebyuma nolugoye olwefulungu nolutwakavu ne
kaniki, era omutegevu okukola enjola (ezengeri
zona, okuba) awamu nabasaja abamagezi abali
nange mu Yuda ne mu Yerusalemi, Daudi kitange
beyatekateka. Era mpereza nemivule nemibe- 8
rosi nemitogo ngogigya ku Lebanoni: kubanga
manyi ngabadubo bategevu kutema miti ku Leba-
noni; era, laba, abadu bange baliba wamu, naba-
dubo, okuntekeratekera emiti mingi: kubanga 9
enyumba gyengenda okuzimba eriba nene kitalo.
Era, laba, ndiwa abadubo, ababa'zi abatema emiti, 10
ebigero ebyengano empule obukumi bubiri, nebi-
gero ebya sairi obukumi bubiri nebita ebyomwe-
nge obukumi bubiri, nebita ebyamafuta obukumi
bubiri. Awo Kulamu kabaka Wetulo nadamu 11
ngawandika ebaluwa nagiwereza Sulemani, nti
Kubanga Mukama ayagala abantube, kyeyava
akufula kabaka wabwe. Era Kulamu nayogera 12
nti Mukama Katonda wa Isiraeri yebazibwe eya-
tonda egulu nensi, awade Daudi kabaka omwana
omutegevu, eyawebwa amagezi nokumanya, age-
nda okuzimbira Mukama enyumba nokuzimbira
obwakabakabwe enyumba. Kakano no mpere'za 13
omusaja owamagezi eyawebwa okutegera, owa
Kulamu kitange, omwana womukazi owokubawala 14
ba Dani, ne kitawe yali musaja wa Tulo, owama-
gezi okukola omulimu ogwa zabu nogwa feza no-
gwebikomo nogwebyuma nogwamainja nogwemiti
nogwengoye ezefulungu ne kaniki ne bafuta enu-
ngi nengoye entwakavu; era nokwola enjola eze-
ngeri zona, nokugunja engeri yona egunjibwa:
alagirwe (ekifo) wamu nabasajabo abamagezi na-
basaja abamagezi aba mukama wange Daudi kita-
wo. Kale no, engano ne sairi, amafuta nomwenge, 15

mukama wange byeyayogerako, atume eri abadube:
16 nafe tulitema emiti ku Lebanoni, nga bwolyagala
obungi: era tuligireta gyoli nga tugikulula ku
nyanja netugitusa Eyopa; nawe oligirinyisa Eye-
17 rusalemi. Awo Sulemani nabala banagwanga
bona abali munsi ya Isiraeri, ngokubala bwekwali
Daudi kitawe kweyababala; newalabika kasirivu
mwobukumi butano mwenkumi satu mu lukaga.
18 Nasawo obukumi musanvu kubo okwetikanga
emigugu, nobukumi munana abatemanga ku nsozi,
nabalabirizi enkumi satu mu lukaga okukozanga
abantu.

3

1 Awo Sulemani natanula okuzimba enyumba ya
Mukama Eyerusalemi ku lusozi Moliya, (Mukama)
kweyalabikirira Daudi kitawe, gyeyatekateka mu
kifo Daudi kyeyalagira, mu guliro lya Olinani
2 Omuyebusi. Awo natanula okuzimba ku (lunaku)
olwokubiri olwomwezi olwokubiri mu mwaka
3 ogwokuna kasokede alya. Era gino gye misingi
Sulemani gyeyakuba okuzimba enyumba ya Kato-
nda. Obuwanvu bwayo mu mikono ngekigero
ekyoluberyeberye bwekyali bwali emikono nkaga,
4 nobugazi emikono amakumi abiri. Nekisasi ekya-
li mu maso (genyumba), obuwanvu bwakyo ngo-
bugazi bwenyumba bwebwali bwali emikono ama-
kumi abiri, nobugulumivu kikumi mwabiri: na-
5 kibikako munda zabu enongofu. Nenyumba
enene nagibibako embawo ezemiberosi gyeya-
bikako zabu enongofu, nakolako enkindu nemi-
6 kufu. Nayonja enyumba namainja agomuwendo
omungi olwobulungi: ne zabu yali zabu Eyepa-
7 livaimu. Era nenyumba nagibikako zabu, emiti
nemiryango nebisenge byayo nenzigi zayo; ne
8 bakerubi ababaje ku bisenge. Nakola enyumba
entukuvu enyo; obuwanvu bwayo ngobugazi bwe-

nyumba bwebwali bwali emikono amakumi abiri, nobugazi bwayo emikono amakumi abiri : nagibikako zabu enongofu, eweza talanta lukaga. Nobuzito bwemisomali bwali sekeri eza zabu amakumi atano. Nazibikako zabu enju eza wagulu. Ne mu nyumba entukuvu enyo nakolamu bakerubi babiri abomulimu ogwebifananyi ; nebababikako zabu. Nebiwawatiro bya bakerubi obuwanvu bwabyo emikono amakumi abiri : nekiwawatiro kya (kerubi) omu kyali kya mikono etano, nga kituka ku kisenge kyenyumba ; nekiwawatiro ekyokubiri nakyo (bwekityo) kya mikono etano, nga kituka ku kiwawatiro kya kerubi mune. Nekiwawatiro kya kerubi mune kyali kya mikono etano, nga kituka ku kisenge kyenyumba : nekiwawatiro ekirala nakyo kya mikono etano, nga kyegata nekiwawatiro kya kerubi mune. Ebiwawatiro bya bakerubi abo byebamba emikono amakumi abiri: era baimirira ku bigere byabwe, namaso gabwe nga gatunulira enyumba. Nakola egigi lya kaniki nolugoye olwefulungu nolutwakavu ne bafuta enungi, nalikolako bakerubi. Era nakola mu maso genyumba empagi biri, obugulumivu bwazo emikono amakumi asatu mwetano, nomutwe ogwali kuzo kinemu gwali emikono etano. Nakola emikufu awaimibwa okwogera, nagiteka ku ntiko zempagi ; nakola amakomamawanga kikumi nagateka ku mikufu. Nasimba empagi mu maso geyekalu, emu ku mukono ogwadyo neyokubiri ku gwa kono ; natuma eyokumukono ogwadyo erinya lyayo Yakini, nerinya lyeyoku gwa kono Boazi. Era yakola nekyoto ekyekikomo, obuwanvu bwakyo emikono amakumi abiri, nobugazi bwakyo emikono amakumi abiri, nobugulumivu bwakyo emikono kumi. Era nakola nenyanja ensanuse eyemikono kumi okuva ku mugo okutuka ku mugo, nekulungirivu, nobugulumivu bwali emikono etano ; nomugwa ogwemikono amakumi asa-

9 10 11 12 13 14 15 16 17 4 2

3 tu negugyetolola. Era wansi wayo waliwo ekifa-
nanyi kyente, ekigyetololera emikono kumi, nga
kigyetolola enyanja enjuwi zona. Ente zali mbu
4 biri, ezasanusibwa yo bweyasanusibwa. Yatula
kunte kumi nebiri, esatu nga zitunulira obukika
obwa kono, nesatu nga zitunulira obugwanjuba,
nesatu nga zitunulira obukika obwadyo, nesatu
nga zitunulira obuvanjuba: nenyanja ngetekedwa kuzo wagulu, amatako gazo zona nga gali
5 munda. Nobugazi bwayo luta; nomugo gwayo
gwakolebwa ngomugo gwekibya, ngekimuli kya-
malanga: ensuwa enkumi satu zaingiramu
6 nezigyamu. Era nakola ebyokwolezamu ku-
mi, nateka ebitano ku mukono ogwadyo, nebi-
tano ku gwa kono, okubyolezangamu; ebintu
ebyekiwebwayo ekyokebwa babyolezanga omwo,
naye enyanja yali ya bakabona okunabirangamu.
7 Nakola ebikondo kumi bya zabu ngekiragiro kya-
byo bwekyali; nabiteka mu yekalu, ku mukono
8 ogwadyo bitano, ne ku gwa kono bitano. Era
nakola nemeza kumi, naziteka mu yekalu, ku luwi
olwadyo tano, ne ku lwa kono tano. Nakola ebi-
9 bya kikumi bya zabu. Era nate nakola olugya
lwa bakabona, nolugya olunene, nenzigi zolugya,
10 enzigi zazo nazibikako bikomo. Nateka enyanja
ku luwi (lwenyumba) olwadyo ebuvanjuba, okutu-
11 nulira obukika obwadyo. Kulamu nakola entamu
nebijiko nebibya. Awo Kulamu namala okukola
omulimu gweyakolera kabaka Sulemani mu nyu-
12 mba ya Katonda: empagi zombi nembuto, nemi-
twe gyombi egyali ku ntiko zempagi; nebitimba
byombi ebyokubika ku bikompe byombi ebyemi-
13 twe egyali ku ntiko zempagi; namakomamawanga
ebikumi bina agokubitimba byombi; embu biri
ezamakomamawanga za ku buli kitimba, okubika
ku bikompe byombi ebyemitwe egyali ku mpagi.
14 Era nakola nentebe, nebyolezebwamu nabikola ku
15 ntebe: enyanja emu nente kumi nebiri wansi

wayo. Era nentamu nebijiko namakato agakwasa 16
enyama nebintu byona byako Kulamu kitawe na-
bikolera kabaka Sulemani olwenyumba ya Muka-
ma, bya bikomo bizigule. Mu lusenyi lwa Yoli- 17
dani kabaka gyeyabisanusiza, awali etaka eryebu-
mba wakati Wesukosi Nezereda. Bwatyo Sule- 18
mani bweyakola ebintu byona bingi nyo nyini:
kubanga ebikomo obuzito bwabyo tebwategerekeka.
Sulemani nakola ebintu byona ebyali mu nyumba 19
ya Katonda, era nekyoto ekya zabu, nemeza okwa-
banga emigati egyokulaga; nebikondo netabaza 20
zabyo, zakirenga mu maso gawaimibwa okwogera
ngekiragiro bwekyali, bya zabu nungi nongofu;
nebimuli ne tabaza ne namagalo, bya zabu, zabu 21
ntukirivu; nebisalako ebisiriza nebibya nobukai 22
nemumbiro, bya zabu nongofu: nomulyango gwe-
nyumba, enzigi zayo ezomunda ezomukifo ekitu-
kuvu enyo nenzigi zenyumba, ye yekalu, zali za
zabu. Bwegutyo omulimu gwona Sulemani gwe- 5
yakola olwenyumba ya Mukama negugwawo.
Sulemani naingiza ebintu Daudi kitawe byeyawo-
nga; efeza ne zabu nebintu byona, nabiteka mu
mawanika genyumba ya Katonda.

Awo Sulemani nalyoka akunganya abakade ba 2
Isiraeri nemitwe gyona egyebika, abakulu (benyu-
mba) za bakitabwe ezabana ba Isiraeri, Eyerusa-
lemi, okulinyisa esanduke eyendagano ya Mukama
okugigya mu kibuga kya Daudi, ye Sayuni. Aba- 3
saja bona aba Isiraeri nebakunganira eri kabaka
ku mbaga, eyabawo mu mwezi ogwomusanvu.
Awo abakade bona aba Isiraeri nebaja, Abalevi 4
nebasitula esanduke. Nebalinyisa esanduke ne- 5
wema eyokusisinkanirangamu, nebintu byona ebi-
tukuvu ebyali mu Wema; ebyo bakabona Abalevi
nebabirinyisa. Kabaka Sulemani nekibina kyona 6
ekya Isiraeri abali bakunganide gyali nebaba mu
maso gesanduke, nga bawayo endiga nente, ezita-
gatika newakubade okubalika obungi. Awo baka- 7

bona nebaingiza esanduke eyendagano ya Mukama
mu kifo kyayo, awaimibwa okwogera mu nyumba,
mu kifo ekitukuvu enyo, wansi webiwawatiro bya
8 bakerubi. Kubanga bakerubi bayanjala ebiwa-
watiro byabwe ku kifo kyesanduke, bakerubi ne-
babika ku sanduke nemisituliro gyayo wagulu.
9 Nemisituliro gyali miwanvu bwegityo emisa gye-
misituliro nokulaba nagiraba aima awali esandu-
ke mu maso gawaimibwa okwogera ; naye nata-
10 giraba aima ebweru : era ekyali eyo ne lero. Te-
wali kintu mu sanduke wabula ebipande byombi
Musa byeyateka (omwo) ku Kolebu, Mukama bwe-
yalagana endagano nabana ba Isiraeri, bwebava
11 mu Misiri. Awo olwatuka bakabona bwebamala
okuva mu kifo ekitukuvu, [kubanga bakabona
bona abali eyo bali betukuziza, so tebakwata mpalo
12 zabwe ; era Nabalevi abaimbi, bona, Asafu, Ke-
mani, Yedusuni, ne batabani babwe ne baganda
babwe, nga bambade bafuta enungi, nga balina
ebitasa nentongoli nenanga, nebaimirira ku nko-
merero yekyoto eyebuvanjuba, era wamu nabo
bakabona kikumi mwabiri nga bafuwa amako-
13 ndere :] awo olwatuka abafuwa nabaimbi nga ba-
fanana omu, okuwuliza edobozi erimu nga bate-
ndereza nga bebaza Mukama, era bwebaimusa edo-
bozi lyabwe namakondere nebitasa nebintu ebi-
vuga, nebatendereza Mukama, (nga bogera) nti
Kubanga mulungi ; kubanga okusasirakwe (kube-
rera) emirembe gyona : awo enyumba neryoka
14 ejula ekire, enyumba ya Mukama, bakabona noku-
inza nebatainza kuimirira okuwereza olwekire :
kubanga ekitibwa kya Mukama nekijula enyumba
ya Katonda.

6

Awo Sulemani nalyoka ayogera nti Mukama 1
ayogede ngalitula mu kizikiza ekikute. Naye nze 2
nkuzimbide enyumba eyokuberamu, nekifo kyo-
noberangamu emirembe gyona. Awo kabaka na- 3
kyusa amasoge, nasabira ekibina kyonaekya Isi-
raeri omukisa: ekibina kyona ekya Isiraeri neba-
imirira. Nayogera nti Mukama Katonda wa Isi- 4
raeri yebazibwe, eyayogera nakamwake ne Daudi
kitange, era akitukiri'za nemikonogye, ngayogera
nti Okuva ku lunaku lwenagya abantu bange mu- 5
nsi Yemisiri, serobozanga kibuga kyona mu bika
byona ebya Isiraeri okuzimbira omwo enyumba,
erinya lyange libere omwo; so serobozanga muntu
yena okuba omukulu wabantu bange Isiraeri: na- 6
ye nerobozeza Yerusalemi, erinya lyange libere
omwo; era nerobozeza Daudi okufuga abantu
bange Isiraeri. Kale kyali mu mutima gwa Daudi 7
kitange okuzimbira erinya lya Mukama Katonda
wa Isiraeri enyumba. Naye Mukama namugamba 8
Daudi kitange nti Kubanga kyali mu mutimagwo
okuzimbira erinya lyange enyumba, wakola bulu-
ngi kubanga kyali mu mutimagwo: era naye gwe
tozimbanga nyumba; naye mutabaniwo aliva mu 9
ntumbwezo, oyo yalizimbira erinya lyange enyu-
mba. Era Mukama atukiri'za ekigambokye kye- 10
yayogera; kubanga nze nyimukide mu kifo kya
Daudi kitange, era ntude ku ntebe ya Isiraeri, nga
Mukama bweyasubiza, era nzimbide erinya lya
Mukama Katonda wa Isiraeri enyumba. Era nta- 11
de omwo esanduke, omuli endagano ya Mukama,
gyeyalagana nabana ba Isiraeri.

Naimirira mu maso gekyoto kya Mukama, eki- 12
bina kyona ekya Isiraeri nga webali, nayanjuluza
emikonogye: [kubanga Sulemani yali akoze eki- 13
tuti ekyebikomo, obuwanvu bwakyo emikono eta-

no, nobugazi bwakyo emikono etano, nobugulumivu bwakyo emikono esatu, nakiteka wakati mu lugya; naimirira okwo, nafukamira ku mavivige mu maso gekibina kyona ekya Isiraeri, nayanjulu-
14 za emikonogye eri egulu :] nayogera nti Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, tewali katonda akufanana, mu gulu newakubade munsi ; akwata endagano nokusasira eri abadubo abatambulira mu masogo
15 nomutima gwabwe gwona : eyakwata eri omuduwo Daudi kitange ekyo kyewamusubiza : wewawo, wayogera nakamwako, era okitukiri'za nomukono-
16 gwo, nga bwekiri lero. Kale no, ai Mukama Katonda wa Isiraeri, kwata eri omuduwo Daudi kitange ekyo kyewamusubiza ngoyogera nti Tewalikubula musaja mu maso gange owokutula ku ntebe ya Isiraeri ; kyoka abanabo bwebanegenderezanga ekubo lyabwe, okutambuliranga mu mateka gange nga gwe bwewatambuliranga mu maso ga-
17 nge. Kale no, ai Mukama Katonda wa Isiraeri, ekigambokyo kitukirizibwe, kyewagamba omudu-
18 wo Daudi. Naye Katonda alitula mazima dala nabantu ku taka ? laba, egulu negulu erya wagulu toligyamu ; kale enyumba eno gyenzimbye einza
19 etya gwe okugyamu ? Naye lowoza okusaba kwomuduwo nokwegairirakwe, ai Mukama Katonda wange, okuwulira okukaba nokusaba omuduwo
20 kwasabye mu masogo : amasogo gazibukenga eri enyumba eno emisana nekiro, eri ekifo kyewayogerako ngoliteka omwo erinyalyo ; okuwulira okusaba omuduwo kwanasabanga ngatunulira
21 ekifo kino. Era owuliranga okwegairira kwomuduwo, nabantubo Isiraeri, bwebanasabanga nga batunulira ekifo kino : wewawo, wulira gwe ngoima mu kifokyo kyoberamu, ngoima mu gulu ; era
22 bwonowuliranga, osonyiwanga. Omuntu bwanayononanga mune, nebamulaiza ekirairo kyaba alaira, naja nalaira ngaima mu maso gekyotokyo mu
23 nyumba eno : awo owuliranga gwe ngoima mu

gulu, okole osalire abadubo omusango, ngosasula ababi, okumuletako ekubolye; era ngowesa obutukirivu omutukirivu, okumuwa ngobutukirivubwe bwebuli. Era abantubo Isiraeri bwebanaku- 24
bibwanga wansi mu maso gabalabe, okubanga bakwononye; nebakyuka nate nebatula erinyalyo, nebasaba nebegairirira mu masogo mu nyumba eno: awo owuliranga gwe ngoima mu gulu, osonyi- 25
we okwonona kwabantubo Isiraeri, obakomyewo nate munsi gyewawa bo ne bajaja babwe. Egulu 26
bwerinagalwangawo, songa tewali nkuba, kubanga bakwononye: bwebanasabanga nga batunulira ekifo kino nebatula erinyalyo nebakyuka okuleka ekibi kyabwe, bwobabonyabonyanga: awo owuli- 27
ranga gwe ngoima mu gulu, osonyiwe ekibi kyabadubo nabantubo Isiraeri, bwobaigiriza ekubo edungi lyebaba batambuliramu; owereze enkuba kunsiyo gyewawa abantubo okuba obusika. Bwewanabanga munsi enjala, bwewanabanga ka- 28
wumpuli, bwewanabanga okugengewala oba bukuku, enzige oba kawuka; abalabe babwe bwebanabazingizanga munsi eyebibuga byabwe; kawumpuli bwanafanananga atya, nendwade bwenefanananga etya; kyona kyona omuntu yena kyana- 29
sabanga era kyona kyanegairiranga, oba abantubo bona Isiraeri, abalimanya buli muntu endwade ye ye nobuinikebwe ye, nayanjuluza emikonogye eri enyumba eno: awo owuliranga gwe ngoima mu 30
gulu ekifo kyoberamu, osonyiwe osasule buli muntu ngamakuboge gona bwegali, gwomanyiko: omutimagwe; [kubanga gwe, gwe weka, gwomanyi emitima gyabana babantu;] balyoke bakutye 31
okutambuliranga mu makubogo enaku zona zebalimala munsi gyewawa bajaja bafe. Era ebyomu- 32
nagwanga atali wa mu bantubo Isiraeri, bwanavanga munsi eyewala olwerinyalyo ekulu nengalozo ezamanyi nomukonogwo ogwagololwa; bwebanajanga nebasaba nga batunulira enyumba eno;

33 owuliranga gwe ngoima mu gulu mu kifo kyoberamu okole nga byona bwebiri omunagwanga byakukabira; amawanga gona agokunsi balyoke bamanye erinyalyo, okukutya ngabantubo Isiraeri bwebakutya, era bamanye ngenyumba eno gyenzimbye
34 etumidwa erinyalyo. Abantubo bwebanatabalanga abalabe babwe mu kubo lyona lyonobatumanga nebakusaba nga batunulira ekibuga kino kye-
35 weroboza nenyumba gyenzimbide erinyalyo: awo owuliranga gwe ngoima mu gulu okusaba kwabwe
36 nokwegairira kwabwe owoze ensonga yabwe. Bwebanakwonononga [kubanga tewali muntu atayononanga] nobasunguwalira nobagabula eri abalabe nokutwala nebabatwala nga basibe munsi oba wala
37 oba kumpi; naye bwebanajukiriranga munsi gyebatwalibwa nga basibe nebakyuka nebakwegairirira munsi eyokusibibwa kwabwe nga bogera nti Twayonona netukola ebyobubambavu, twagira
38 ekyejo; bwebanakomangawo gyoli nomutima gwabwe gwona nememe yabwe yona munsi eyokusibibwa kwabwe gyebabatwala nga basibe, nebakusaba nga batunulira ensi yabwe gyewawa bajaja babwe, nekibuga kyeweroboza nenyumba gyenzi-
39 mbide erinyalyo; awo owuliranga gwe okusaba kwabwe nokwegairira kwabwe ngoima mu gulu ekifo kyoberamu owoze ensonga yabwe; osonyiwe
40 abantubo abakwononye. Kale, ai Katonda wange, nkwegairide amasogo gazibukenga namatugo gawulirenga okusaba okunasabibwanga mu kifo kino.
41 Kale no golokoka, ai Mukama Katonda, oingire mu kifokyo ekyokuwumuliramu, gwe nesanduke eyamanyigo: bakabonabo, ai Mukama Katonda, bambale obulokozi, nabatukuvubo basanyukire obu-
42 lungi. Ai Mukama Katonda, tokyusa maso goyo gwewafukako amafuta: jukira okusasirwa kwa Daudi omuduwo.

7

Awo Sulemani bweyamala okwogera omuliro 1
neguva mu gulu negwokya ekiwebwayo ekyoke-
bwa ne sadaka ; ekitibwa kya Mukama nekijula
enyumba. Bakabona nebatainza kuingira mu 2
nyumba ya Mukama kubanga ekitibwa kya Mu-
kama kijude enyumba ya Mukama. Abana ba 3
Isiraeri bona nebatunulira, omuliro bwegwa'ka,
ekitibwa kya Mukama nekiba ku nyumba ; ne-
bavunama amaso gabwe wansi ku mainja amālire,
nebasinza, nebebaza Mukama (nga bogera) nti
Kubanga mulungi ; kubanga okusasirakwe (ku-
berera) emirembe gyona. Awo kabaka nabantu 4
bona nebawayo sadaka mu maso ga Mukama.
Kabaka Sulemani nawayo sadaka eyente obukumi 5
bubiri mwenkumi biri, nendiga kasirivu mwobu-
kumi bubiri. Awo kabaka nabantu bona neba-
wonga enyumba ya Katonda. Bakabona nebai- 6
mirira ngemirimu gyabwe bwegyali ; era Nabale-
vi nga balina ebintu ebivuga ebya Mukama,
Daudi kabaka byeyakola okwebaza Mukama,
kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyo-
na, Daudi bweyatenderezanga olwokuwereza
kwabwe : bakabona nebafuwa amakondere mu
maso gabwe ; Isiraeri yena nebaimirira. Era 7
Sulemani natukuza olugya wakati olwali mu maso
genyumba ya Mukama; kubanga nawerayo ebiwe-
bwayo ebyokebwa namasavu agebiwebwayo olwe-
mirembe : kubanga ekyoto ekyekikomo Sulemani
kyeyakola tekyainza kugyako ekiwebwayo ekyo-
kebwa nekiwebwayo ekyobuta namasavu. Awo 8
Sulemani nafumba embaga mu biro ebyo eyenaku
musanvu, ne Isiraeri yena wamu naye, ekibina
ekinene enyo, okuva awaingirirwa Ekamasi oku-
tuka ku kaga Akemisiri. Awo ku lunaku olwo- 9
munana nebakunganya okukungana okutukuvu :

kubanga embaga eyokuwonga ekyoto nebagikumira enaku musanvu, nembaga enaku musanvu. Awo ku lunaku olwamakumi abiri mu satu olwomwezi ogwomusanvu nasindika abantu mu wema zabwe, nga basanyuse era nga bajaguza mu mitima gyabwe olwobulungi Mukama bweyali alaze Daudi, ne Sulemani, ne Isiraeri abantube.

11 Bwatyo Sulemani bweyamala enyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka: ne byona ebyaingira mu mutima gwa Sulemani okukola mu nyumba ya Mukama ne mu nyumbaye ye nabi-
12 tusa bulungi. Mukama nalabikira Sulemani kiro namugamba nti Mpulide okusabakwo neneroboza gyendi ekifo kino okuba enyumba eyokuweranga-
13 mu sadaka. Bwenagalangawo egulu waleme okuba enkuba, oba bwenalagiranga enzige okulya ensi, oba bwenawerezanga kawumpuli mu bantu bange;
14 abantu bange abatumidwa erinya lyange bwebanetowazanga nebasaba nebanonya amaso gange nebakyuka okuleka amakubo gabwe amabi; awo nawuliranga nga nyima mu gulu nensonyiwa
15 okwonona kwabwe nemponya ensi yabwe. Kale amaso gange ganazibukanga namatu gange ganawuliranga okusaba okunasabibwanga mu kifo
16 kino. Kubanga kakano nerobozeza enyumba eno nengitukuza, erinya lyange libere omwo emirembe gyona: namaso gange nomutima gwange
17 binaberanga eyo obutayosa. Nawe, bwonotambuliranga mu maso gange, nga Daudi kitawo bweyatambulanga, nokola nga byona bwebiri byenakulagira, nokwata amateka gange nemisango gya-
18 nge; awo ndinyuweza entebe eyobwakabakabwo nga bwenalagana ne Daudi kitawo nga njogera nti Tewalikubula musaja okuba afuga mu Isira-
19 eri. Naye bwemulikyuka nemuleka amateka gange nebiragiro byange byentade mu maso gamwe, nemugenda nemuwereza bakatonda abalala

nemubasinza: awo ndibasigulira dala nembagya 20
munsi yange gyembawade; nenyumba eno gye-
ntukuziza olwerinya lyange ndigisula okuva mu
maso gange, era ndigifula olugero nekigambo
ekyobuwemu mu mawanga gona. Nenyumba 21
eno empanvu eyenkanide awo buli anagiitangako
anewunyanga era anayogeranga nti Kiki ekimu-
kozeza bwekityo Mukama ensi eno nenyumba
eno? Awo banadangamu nti Kubanga baleka 22
Mukama Katonda wa bajaja babwe, eyabagya
munsi Yemisiri, nebakwata bakatonda abalala
nebabasinza nebabawereza: kyeyava abaletako
obubi buno bwona.

8

Awo olwatuka emyaka amakumi abiri bwegya- 1
gyako Sulemani mweyazimbira enyumba ya
Mukama nenyumbaye ye, ebibuga Kulamu bye- 2
yawa Sulemani Sulemani nabizimba natuza omwo
abana ba Isiraeri.

Awo Sulemani nagenda Ekamasizoba nakisinga. 3
Nazimba Tadamola mu lukola nebibuga byona 4
ebyokuterekeramu byeyazimba mu Kamasi. Era 5
nazimba ne Besikoloni ekya wagulu, ne Besikoloni
ekya wansi, ebibuga ebiriko enkomera ne bugwe
nenzigi nebisiba; ne Baalasi nebibuga byona 6
ebyokuterekeramu Sulemani byeyalina, nebibuga
byona ebyamagalige nebibuga ebyabasajabe abe-
bagala embalasi ne byona Sulemani byeyayagala
okuzimba olwokwesanyusakwe mu Yerusalemi
ne mu Lebanoni ne munsi yona eyamatwalege.
Abantu bona abasigalawo ku Bakiti Nabamoli 7
Nabaperizi Nabakivi Nabayebusi abatali ba ku
Baisiraeri; ku bana babwe abasigala oluvanyuma 8
lwabwe munsi, abana ba Isiraeri bebatazikiriza,
kwabo Sulemani kweyasoloza (abadu) ne lero.
Naye ku bana ba Isiraeri Sulemani teyafulako 9

badu olwomulimugwe ; naye nebaba basaja ba-
lwanyi era abakulu babamibe era abafuga amaga-
10 lige nabasajabe abebagala embalasi. Era bano be
bali abami abakulu aba kabaka Sulemani, ebiku-
11 mi bibiri mwatano abafuganga abantu. Sulemani
nayambusa muwala wa Falao ngamugya mu ki-
buga kya Daudi namuleta mu nyumba gyeyamu-
zimbira : kubanga nayogera nti Mukazi wange
taja kubera mu nyumba ya Daudi kabaka wa
Isiraeri, kubanga ebifo bitukuvu esanduke ya
Mukama gyeyatuka.
12 Awo Sulemani nawayo ebiwebwayo ebyokebwa
eri Mukama ku kyoto kya Mukama kyeyazimba
13 mu maso gekisasi, ngebyagwanira buli lunaku
bwebyali, ngawayo ngekiragiro kya Musa bwe-
kyali ku sabiti nemyezi nga kyegije giboneke ne
ku mbaga ezalagirwa, emirundi esatu buli mwaka,
ku mbaga eyemigati egitazimbulukuswa ne ku
14 mbaga eya sabiti ne ku mbaga eyensisira. Naga-
ba empalo za bakabona olwokuwereza kwabwe
ngekiragiro kya Daudi kitawe bwekyali, nabawa
Abalevi ebyo byebateresebwa, okutenderezanga
nokuwereza mu maso ga bakabona, ngebyagwanira
buli lunaku bwebyali : era nabagazi ngempalo
zabwe bwezali ku buli mulyango : kubanga bwa-
tyo Daudi omusaja wa Katonda bweyalagira.
15 Nebatava mu kiragiro kya kabaka kyeyalagira
bakabona Nabalevi olwekigambo kyona oba olwe-
16 bintu ebyaterekebwa. Awo omulimu gwona ogwa
Sulemani negutegekerwa olunaku olwokusawo
emisingi gyenyumba ya Mukama nokutusa lwe-
yagya. Bwetyo enyumba ya Mukama netusibwa
dala.
17 Awo Sulemani nagenda Eyezionigebera ne
Eyerosi ekiri ku tale lyenyanja munsi ya Edomu.
18 Kulamu namuwereza mu mikono gyabadube
amato nabadu abamanya enyanja ; nebaja wamu
nabadu ba Sulemani Eyofira, nebakimayo zaba

talanta ebikumi bina mwatano, nebazireta eri kabaka Sulemani.

9

Awo kabaka Weseba omukazi bweyawulira 1
etutumo lya Sulemani, naja okumukema Sulemani nebibuzibwa ebizibu, Eyerusalemi, ngalina abadu bangi nyo nengamira ezetise ebyakalosa nezabu nyingi nyo namainja agomuwendo omungi: awo bweyaja eri Sulemani, natesa naye ebyo byona ebyali mu mutimagwe. Awo Sulemani namu- 2
tegeza byona byeyamubuza: tewali kintu ekyakwekebwa kabaka kyatamutegeza. Awo kabaka 3
Weseba bweyamala okulaba amagezi ga Sulemani nenyumba gyeyazimba, nemere eyokumezaye no- 4
kutula kwabadube nokuwereza kwabawerezabe nebyambalo byabwe; nabasenerobe nebyambalo byabwe; nolutindolwe lweyalinyirangako okugenda mu nyumba ya Mukama; awo nga temukyasigade mwoyo muye. Nagamba kabaka nti 5
Ekigambo kyenawulirira munsi yange kyali kya mazima ekyebikolwabyo namagezigo. Era naye 6
sakiriza bigambo byabwe okutusa lwenaja amaso gange negakiraba: era, laba, sabulirwa kitundu kya bukulu bwamagezigo: osinga etutumo lyenawulira. Abasajabo balina omukisa, abadubo ba- 7
no balina omukisa, abaimirira mu masogo enaku zona nebawulira amagezigo. Mukama Katonda- 8
wo yebazibwe eyakusanyukira okukuteka ku ntebe okuba kabaka olwa Mukama Katondawo: kubanga Katondawo yayagala Isiraeri okubanyuweza emirembe gyona, kyeyava akufula kabaka wabwe okukola ebyensonga nebyobutukirivu. Awo nawa kabaka zabu talanta kikumi mwabiri, 9
nebyakalosa bingi nyo nyini namainja agomuwendo omungi: so tewabawo bya kalosa ebyenkanide awo ngebyo kabaka Weseba byeyawa kabaka

10 Sulemani. Era nabadu ba Kulamu nabadu ba Sule-
mani abaleta zabu okuva Eyofira, nebaleta emitogo
11 namainja agomuwendo omungi. Kabaka nakola
nemitogo entindo za nyumba ya Mukama ne-
nyumba ya kabaka, nenanga nentongoli za bai-
mbi: so tewalabikanga eda munsi ya Yuda egifa-
12 nana bwegityo. Awo kabaka Sulemani nawa
kabaka Weseba byona byeyayagala, buli kyeya-
saba kyona, obutasako ebyo byeyamuletera kaba-
ka. Awo nakyuka neyegendera munsiye ye, ye
nabadube.

13 Era ezabu eyaja eri Sulemani mu mwaka gumu
obuzito bwayo bwali talanta za zabu lukaga mwe-
14 nkaga mu mukaga, obutasako (eyo) abasubuzi na-
bobuguzi gyebaletanga: ne bakabaka bona Abo-
buwalabu nabakulu bensi nebamuletera Sulemani
15 zabu nefeza. Era kabaka Sulemani nawesa obuga-
bo bikumi bibiri bya zabu mpese: buli kagabo na-
16 kawako (sekeri) za zabu lukaga. (Nakola) engabo
ebikumi bisatu bya zabu mpese; buli ngabo na-
giwako sekeri ebikumi bisatu: kabaka nazitereka
17 mu nyumba eyekibira kya Lebanoni. Era kaba-
ka nakola entebe eyobwakabaka enene ya masa-
18 nga nagibikako zabu nungi. Entebe yaliko ama-
dala mukaga, era yaliko entebe eyebigere eya zabu,
era gasibibwa nentebe, era yaliko emikono eruwi
neruwi awatulibwako, nempologoma biri nga
19 ziimiride ku bali lyemikono. Nempologoma kumi
nebiri zaimirira eruwi neruwi ku madala omuka-
ga: tewali eyakolebwa mu bwakabaka bwona
20 okugifanana. Era ebintu byona ebya kabaka
Sulemani ebyokunyweramu byali bya zabu, ne-
bintu byona ebyomunyumba eyekibira kya Leba-
noni byali bya zabu nongofu: feza teyalowozebwa
21 nga kintu ku mirembe gya Sulemani. Kubanga
kabaka yalina malikebu ezagendanga Etalasisi
wamu nabadu ba Kulamu; malikebu Ezetalasisi
zajanga mulundi gumu buli myaka esatu nga zire-

ta zabu nefeza, amasanga nenkobe nc bamuzinge. Awo kabaka Sulemani nasinga bakabaka bona abensi obugaga namagezi. Bakabaka bensi bona nebanonya amaso ga Sulemani okuwulira amagezige Katonda geyali atade mu mutimagwe. Ne- baleta buli muntu ekirabokye, ebintu ebya feza nebintu ebya zabu nebyambalo nebyokulwanyisa nebyakalosa, embalasi nenyumbu, ebyasalibwa ebya buli mwaka. Era Sulemani yalina ebisibo enkumi nya olwembalasi namagali, nabasaja abebagala embalasi kakumi mwenkumi biri beyateka mu bibuga ebyamagali nawali kabaka Eyerusalemi. Era yafuga bakabaka bona okuva ku Muga okutuka kunsi Eyabafirisiti, ne ku nsalo Eyemisiri. Kabaka nafula feza okuva ngamainja mu Yerusalemi, nemivule nagifula okuba ngemisukomoli egiri mu biwonvu olwobungi. Nembalasi bamugyiranga Sulemani mu Misiri ne munsi zona.

Era ebikolwa ebirala byona ebya Sulemani, ebyasoka nebyamalirwako, tebyawandikibwa mu bigambo bya Nasani nabi ne mwebyo byeyalagula Akiya Omusiro ne mu kwolesebwa kwa Ido omulabi okwa Yeroboamu mutabani wa Nebati? Sulemani nafugira Isiraeri yena mu Yerusalemi emyaka amakumi ana. Sulemani neyebakira wamu ne bajajabe nazikibwa mu kibuga kya Daudi kitawe: Lekoboamu mutabaniwe nafuga mu kifokye.

10

Lekoboamu nagenda Esekemu: kubanga Isiraeri yena bali ba'ze Esekemu okumufula kabaka. Awo olwatuka Yeroboamu mutabani wa Nebati bweyakiwulira, [kubanga yali mu Misiri gyeyali adukide okuva eri kabaka Sulemani,] Yeroboamu nava mu Misiri nakomawo. Nebatuma neba-

muita ; awo Yeroboamu ne Isiraeri yena nebaja
4 nebogera ne Lekoboamu nti Kitawo yafula ekiko-
ligo kyafe okuba ekizito : kale no wewula gwe
okuwereza okuzibu okwa kitawo nekikoligokye
5 ekizito kyeyatutekako, nafe tulikuwereza. Naba-
gamba nti Mumale enaku satu, mulyoke muje
6 gyendi nate. Abantu nebagenda. Kabaka Leko-
boamu natesa ebigambo nabakade abaimiriranga
mu maso ga Sulemani kitawe bweyali ngakyali
mulamu ngayogera nti Magezi ki gemumpa oku-
7 badamu abantu bano ? Nebamugamba nti Bwo-
nokola ebyekisa abantu bano nobasanyusa nobe-
gamba ebigambo ebirungi, awo bo baliba abadubo
8 enaku zona. Naye naleka amagezi gabakade gebe-
muwa, natesa nabalenzi abakulira awamu naye
9 abaimirira mu masoge. Nabagamba nti Magezi
ki gemumpa mwe tubademu abantu bano abanga-
mbye nti Wewula ekikoligo kitawo kyeyatuteka-
10 ko ? Awo abalenzi abakulira awamu naye neba-
mugamba nti Bwotyo bwoba ogamba abantu bano
abakugambye nti Kitawo yafula ekikoligo kyafe
okuba ekizito, naye gwe kiwewule gyetuli ; bwo-
tyo bwoba obagamba nti Naswi wange asinga
11 obunene ekiwato kya kitange. Era no kubanga
kitange yababinika ekikoligo ekizito, nze ndyo-
ngera ku kikoligo kyamwe : kitange yabakanga-
vula na nkoba, naye nze (ndibakangavula) na
12 njaba ezobusagwa. Awo Yeroboamu nabantu
bona nebaja eri Lekoboamu ku lunaku olwo-
kusatu, nga kabaka bweyalagira, ngayogera nti
13 Mujanga gyendi nate ku lunaku olwokusatu.
Awo kabaka nabadamu nebogo, kabaka Leko-
14 boamu naleka okutesa kwabakade ; nabagamba
ngokutesa kwabalenzi bwekwali ngayogera nti
Kitange yafula ekikoligo kyamwe ekizito, naye
nze ndyongerako : kitange yabakangavula na
nkoba, naye nze (ndibakangavula) na njaba ezo-
15 busagwa. Awo kabaka natawulira bantu ; kuba-

nga kyali kigambo Mukama kyeyaleta, Mukama anyuweze ekigambokye kyeyagamba Yeroboamu mutabani wa Nebati mu mukono gwa Akiya Omusironi. Awo Isiraeri yena bwebalaba nga 16
kabaka tabawulira, abantu nebamudamu kabaka nga bogera nti Mugabo ki gwetulina mu Daudi? so tetulina busika mu mutabani wa Yese: buli muntu mude mu wema zamwe, ai Isiraeri: labirira no enyumbayo gwe, Daudi. Awo Isiraeri yena nebegendera mu wema zabwe. Naye abana 17
ba Isiraeri ababera mu bibuga bya Yuda, abo Lekoboamu nabafuga. Awo kabaka Lekoboamu 18
natuma Kadolamu eyali omukulu womusolo; abana ba Isiraeri nebamukasukira amainja nokufa nafa. Kabaka Lekoboamu nayanguya okulinya mu galiye okudukira mu Yerusalemi. Bwebatyo 19
Isiraeri nebajemera enyumba ya Daudi ne lero.

11

Awo Lekoboamu bweyatuka Eyerusalemi, na- 1
kunganya enyumba ya Yuda ne Benyamini, abasaja abalonde kasirivu mwobukumi munana, abalwanyi, okulwana nenyumba ya Isiraeri, okumudiza nate obwakabaka Lekoboamu. Naye ekiga- 2
mbo kya Katonda nekijira Semaya omusaja wa Katonda nga kyogera nti Gamba Lekoboamu mu- 3
tabani wa Sulemani kabaka wa Yuda ne Isiraeri yena mu Yuda ne Benyamini ngoyogera nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Temwambuka so te- 4
mulwana ne baganda bamwe: mudeyo buli muntu mu nyumbaye; kubanga ekigambo kino kyava gyendi. Awo nebawulira ebigambo bya Mukama nebadayo nebaleka okutabala Yeroboamu. Awo 5
Lekoboamu nabera mu Yerusalemi nazimba ebibuga mu Yuda okuba ebigo. Nazimba Besireke- 6
mu ne Etamu ne Tekoa ne Besizula ne Soko ne 7

8, 9 Adulamu ne Gasi ne Malesa ne Zifu ne Adolai-
10 mu ne Lakisi ne Azeka ne Zola ne Ayaloni ne
Keberoni, ebiri mu Yuda ne mu Benyamini, ebi-
11 buga ebiriko enkomera. Ebigo nabizimbako
enkomera, nabitekamu abami nemere eyokutere-
12 kebwa namafuta nomwenge. Ne mu buli kibuga
kina kimu (natekamu) engabo namafumu, nabi-
nyuweza nyo nyini. Yuda ne Benyamini nebaba
13 babe. Bakabona Nabalevi abali mu Isiraeri yona
nebagendanga gyali okuva mu nsalo zabwe zona.
14 Kubanga Abalevi nebaleka ebyalo byabwe ebyo-
kubibuga nobutaka bwabwe nebaja mu Yuda ne
mu Yerusalemi: kubanga Yeroboamu ne batabani-
be nebabagoba baleme okuwereza obwakabona
15 bwabwe eri Mukama: neyetekerawo bakabona
abebifo ebigulumivu nabembuzi enume nabenya-
16 na zeyakola. Awo nebabagoberera bona abateka
emitima gyabwe okunonya Mukama Katonda wa
Isiraeri abomubika byona ebya Isiraeri, nebaja
Eyerusalemi okuwayo sadaka eri Mukama Kato-
17 nda wa bajaja babwe. Bwebatyo nebanyuweza
obwakabaka bwa Yuda, nebamunyuwereza emya-
ka esatu Lekoboamu mutabani wa Sulemani:
kubanga nebatambulira emyaka esatu mu kubo
18 lya Daudi ne Sulemani. Awo Lekoboamu nafu-
mbirwa omukazi Makalasi muwala wa Yerimosi
mutabani wa Daudi, era owa Abikairi muwala wa
19 Eriabu mutabani wa Yese; namuzalira abana
abobulenzi; Yeusi ne Semaliya ne Zakamu.
20 Oluvanyumalwe nafumbirwa Maaka muwala wa
Abasalomu; oyo namuzalira Abiya ne Atai ne
21 Ziza ne Seromisi. Lekoboamu namwagala Maaka
muwala wa Abasalomu okukira bakazibe bona ne
bazanabe bona: [kubanga yawasa abakazi kumi
nomunana nabazana nkaga, nazala abana abobu-
lenzi amakumi abiri mu munana nabobuwala
22 nkaga]. Lekoboamu nasawo Abiya mutabani wa
Maaka okuba omukulu, asinga bagandabe obuku-

lu: kubanga (yayagala) okumufula kabaka. Na- 23
kola ebyamagezi, nasasanya batabanibe bona mu-
nsi zona eza Yuda ne Benyamini, mu buli kibuga
ekiriko olukomera: nabawa ebyokulya bingi nyo.
Nabanonyeza abakazi bangi.

12

Awo olwatuka obwakabaka bwa Lekoboamu 1
bwebwanyuwezebwa naba namanyi, awo naleka
amateka ga Mukama, ne Isiraeri yena wamu naye.
Awo olwatuka mu mwaka ogwokutano ogwa ka- 2
baka Lekoboamu Sisaka kabaka Wemisiri natabala
Yerusalemi, kubanga basobe'za Mukama, ngali- 3
na amagali lukumi mwebikumi bibiri nabas-
aja abebagala embalasi obukumi mukaga: naba-
ntu abaja naye abava mu Misiri nga tebabalika;
Abalubimu Nabasukiimu Nabesiyopya. Namenya 4
ebibuga ebiriko enkomera ebya Yuda, naja Eyeru-
salemi. Awo Semaya nabi naja eri Lekoboamu 5
neri abakulu ba Yuda abali bakunganide Eyeru-
salemi olwa Sisaka, nabagamba nti Bwatyo bwa-
yogera Mukama nti Munvudeko, nange kyenvude
mbaleka mu mukono gwa Sisaka. Awo abakulu 6
ba Isiraeri ne kabaka nebetowaza; nebogera nti
Mukama mutukirivu. Awo Mukama bweyalaba 7
nga betowaziza, ekigambo kya Mukama nekija eri
Semaya nga kyogera nti Betowaziza; siribazikiri-
za: naye nabawako okuwonyezebwa, nobusungu
bwange tebulifukibwa ku Yerusalemi mu mukono
gwa Sisaka. Era naye baliba badube; bamanye 8
okuwereza kwange nokuwereza kwobwakabaka
bwensi (bwekufanana). Awo Sisaka kabaka 9
Wemisiri natabala Yerusalemi nagyayo obugaga
obwomunyumba ya Mukama nobugaga obwomu-
nyumba ya kabaka; byona nabitwalira dala: na-
gyayo engabo zona eza zabu Sulemani zeyakola.

10 Kabaka Lekoboamu nakola engabo ezebikomo
okuda mu bifo byazo, naziteresa emikono gyabami
babambowa abakumanga olugi lwenyumba ya
11 kabaka. Awo olwatuka kabaka buli lweyaingira-
nga mu nyumba ya Mukama, abambowa nebaja
12 nebazisitula, nebaziza munju eyabakumi. Awo
bweyetowaza, obusungu bwa Mukama nebukyuka
okumuvako, aleme okumuzikiririza dala: era
13 nate mu Yuda (mwalabika) ebirungi. Awo ka-
baka Lekoboamu neyenyuweza mu Yerusalemi
nafuga, kubanga Lekoboamu yali yakamaze emya-
ka amakumi ana mu gumu bweyatanula okufuga,
nafugira emyaka kumi nomusanvu mu Yerusale-
mi, ekibuga Mukama kyeyeroboza mu bika byona
ebya Isiraeri okuteka omwo erinyalye: nerinya
14 lya nyina Naama Omwamoni. Nakola ebyali
ebibi, kubanga teyakakasa mutimagwe okunonya
15 Mukama. Era ebikolwa bya Lekoboamu, eby-
asoka nebyamalirwako, tebyawandikibwa mu biga-
mbo bya Semaya nabi nebya Ido omulabi ngengeri
bweri eyebitabo ebyokuzalibwa? Newaba entalo
16 eri Lekoboamu ne Yeroboamu obutayosa. Leko-
boamu neyebakira wamu ne bajajabe, nazikibwa
mu kibuga kya Daudi: Abiya mutabaniwe nafuga
mu kifokye.

13

1 Mu mwaka ogwekumi nomunana ogwa kabaka
2 Yeroboamu Abiya natanula okufuga Yuda. Nafu-
gira emyaka esatu mu Yerusalemi: nerinya lya
nyina lyali Mikaya muwala wa Ulieri Owegibea.
3 Newaba entalo eri Abiya ne Yeroboamu. Abiya
nalumba ngalina egye eryabasaja abazira abalwa-
nyi, abasaja abalonde obusirivu buna: Yeroboamu
nasimba enyiriri okulwana naye ngalina abasaja
abalonde obusirivu munana abasaja abamanyi aba-
4 zira. Abiya naimirira ku lusozi Zemalaimu oluli

munsi eyensosi eya Eferaimu nayogera nti Mumpulire, mwe Yeroboamu ne Isiraeri yena; temwagwana kumanya nga Mukama Katonda wa Isiraeri yawa obwakabaka bwa Isiraeri Daudi okumala emirembe gyona, ye ne batabanibe nendagano eyomunyo? Naye Yeroboamu mutabani wa Nebati omudu wa Sulemani mutabani wa Daudi nagolokoka najemera mukamawe. Newakungana gyali abasaja abataliko kyebagasa, abana ba Beriali, abenyuweza eri Lekoboamu mutabani wa Sulemani, Lekoboamu ngakyali muto nomutimagwe nga mugonvu, songa tainza kubaziiza. Awo kakano mulowoza okuziiza obwakabaka bwa Mukama mu mukono gwa batabani ba Daudi; era muli kibina kinene, era waliwo namwe enyana eza zabu Yeroboamu zeyabakolera okuba bakatonda. Temwagoba bakabona ba Mukama, batabani ba Aloni Nabalevi, nemwerondera bakabona ngempisa bweri eyamawanga agomunsi (endala)? awo buli aja okwetukuza ngalina ente ento nendiga enume musanvu, oyo ainza okuba kabona wabo abatali bakatonda. Naye fe, Mukama ye Katonda wafe, nafe tetumuvangako; era (tulina) bakabona abawereza Mukama, batabani ba Aloni Nabalevi, mu mulimu gwabwe: era bokya eri Mukama buli nkya na buli kawungezi ebiwebwayo ebyokebwa nobubane obuwomerevu: nemigati egyokulaga nagyo (bagitekateka) ku meza enongofu; nekikondo ekya zabu netabaza zakyo, okwakanga buli kawungezi: kubanga fe tukwata ebyo Mukama Katonda wafe byeyakutira; naye mwe mwamuvako. Era, laba, Katonda ali nafe, atukulembede, ne bakabonabe nga balina amakondere agalawa, okugalaya okulwana namwe. Ai abana ba Isiraeri, temulwana ne Mukama Katonda wa bajaja bamwe; kubanga temulabe mukisa. Naye Yeroboamu nabafulumya enyuma abatezi: awo nebaba mu maso ga Yuda, abatezi nebaba enyuma wabwe.

5 6 7 8 9 10 11 12 13

14 Awo Yuda bwebakebuka, laba, olutalo nga lubafulumye mu maso nenyuma : nebakabira Mukama,
bakabona nebafuwa amakondere. Awo abasaja ba
15 Yuda nebogerera wagulu: awo abasaja ba Yuda nga bogerera wagulu, olwatuka Katonda nakuba Yeroboamu ne Isiraeri yena mu maso ga Abiya ne
16 Yuda. Abana ba Isiraeri nebaduka mu maso ga Yuda : Katonda nabagabula mu mukono gwabwe.
17 Abiya nabantube nebabata okuta okunene : nokugwa nekugwa ku Isiraeri nga batidwa abasaja
18 abalonde obusirivu butano. Bwebatyo abana ba Isiraeri nebawangulwa mu biro ebyo, abana ba Yuda nebasinga, kubanga besiga Mukama Katonda
19 wa bajaja babwe. Abiya naiganya Yeroboamu, namugyako ebibuga, Beseri nebibuga byako, ne Yesana nebibuga byako, ne Eferoni nebibuga bya-
20 ko. So Yeroboamu teyafuna nate amanyi ku mirembe gya Abiya : Mukama namulwaza nafa.
21 Naye Abiya nafuka owamanyi, nawasa abakazi kumi nabana nazala abana abobulenzi amakumi
22 abiri mu babiri nabobuwala kumi nomukaga. Era ebikolwa ebirala byona ebya Abiya namakuboge nebigambobye byawandikibwa mu bitegeza bya nabi Ido.

14

1 Awo Abiya neyebakira wamu ne bajajabe nebamuzika mu kibuga kya Daudi, Asa mutabaniwe nafuga mu kifokye : ku mirembegye ensi netere-
2 rera emyaka kumi. Asa nakola ebyo ebyali mu maso ga Mukama Katondawe ebirungi era ebye-
3 nsonga : kubanga nagyawo ebyčto ebya banagwanga nebifo ebigulumivu namenya empagi natema-
4 tema bāsera ; nalagira Yuda okunonya Mukama Katonda wa bajaja babwe nokukwata amateka
5 nekiragiro. Era nagyawo mu bibuga byona ebya Yuda ebifo ebigulumivu nebifananyi byenjuba :

obwakabaka nebuterera mu masoge. Nazimba 6
ebibuga ebiriko enkomera mu Yuda: kubanga
ensi neterera so teyalina ntalo mu myaka egyo;
kubanga Mukama amuwade okuwumula. Kuba- 7
nga nagamba Yuda nti Tuzimbe ebibuga bino, tu-
bikolereko bugwe nebigo, enzigi nebisiba; ensi
ekyali mu maso gafe, kubanga tunonyeza Mukama
Katonda wafe; tumunonyeza, naye atuwade oku-
wumula enjuwi zona. Awo nebazimba nebalaba
omukisa. Era Asa yalina egye abasitulanga 8
engabo namafumu, abava mu Yuda obusirivu bu-
satu; nabava mu Benyamini abasitulanga engabo
nebananula emitego, obusirivu bubiri mwobukumi
munana: abo bona basaja ba manyi abazira. Zera 9
Omwesiyopya nabatabala ngalina egye eryakakade
namagali ebikumi bisatu; naja Emalesa. Awo 10
Asa nafuluma okumusisinkana, nebasimba enyiriri
mu kiwonvu Zefasa Emalesa. Asa nakabira Mu- 11
kama Katondawe nayogera nti Mukama, tewali
wa kubera wabula gwe, wakati wowamanyi novo
atalina manyi: tubere, ai Mukama Katonda wafe;
kubanga tukwesiga, ne mu linyalyo mwetutaba-
lide ekibina kino. Ai Mukama, gwe Katonda
wafe; omuntu aleme okukusinga. Awo Mukama 12
nakuba Abesiyopya mu maso ga Asa ne mu maso
ga Yuda; Abesiyopya nebaduka. Asa nabantube 13
absli naye nebabaiganya nebabatusa Egerala:
nekugwa ku Besiyopya bangi bwebatyo no-
kuinza nebatainza kudamu amanyi; kubanga
bazikirizibwa mu maso ga Mukama ne mu maso
gegyerye; nebanyaga omunyago mungi nyo. Ne- 14
bakuba ebibuga byona ebyetolode Gerala; kuba-
nga entisa ya Mukama nebatukako: nebanyaga
ebibuga byona; kubanga byalimu omunyago
mungi. Era nebakuba ewema ezente, nebanyaga
endiga nyingi nyo nengamira, nebadayo Eyerusa-
lemi.

15

1 Omwoyo gwa Katonda neguja ku Azaliya mu-
2 tabani wa Odeda: nafuluma okusisinkana Asa na-
mugamba nti Mumpulire, mwe Asa ne Yuda yena
ne Benyamini: Mukama ali namwe bwemunaba-
nga naye; era bwemulimunonya, mulimulaba; naye
3 bwemulimuvako, alibavako mwe. Era ebiro bingi
Isiraeri nga talina Katonda owamazima era nga
4 talina kabona aigiriza era nga talina mateka: naye
bwebakyukira Mukama Katonda wa Isiraeri nga
balabye enaku nebamunonya, nebalyoka bamula-
5 ba. Ne mu biro ebyo nga tewali mirembe eri oyo
eyafulumanga newakubade eri oyo eyaingiranga,
naye okweralikirira kungi nekuba ku bona abatu-
6 la munsi ezo. Nebamenyekamenyeka, egwanga
nga lirumba gwanga linalyo, nekibuga nga kiru-
mba kibuga kinakyo: kubanga Katonda yaberali-
7 kiriza ngabalabya enaku zona. Naye mube na-
manyi, so nemikono gyamwe tegidiriranga: ku-
8 banga omulimu gwamwe gulibako empera. Awo
Asa bweyawulira ebigambo ebyo, nebyo Odeda
nabi byeyalagula, naguma omwoyo nagyawo ebye-
mizizo byona munsi yona eya Yuda ne Benyamini
ne mu bibuga byeyagya kunsi eyensozi eya Efera-
imu; na'za obugya ekyoto kya Mukama ekyali
9 mu maso gekisasi kya Mukama. Nakunganya
Yuda yena ne Benyamini nabo ababeranga nabo
abava mu Eferaimu ne Manase ne mu Simeoni:
kubanga nebamusenga bangi nyo nga bava mu
Isiraeri, bwebalaba nga Mukama Katondawe ali
10 naye. Awo nebakunganira Eyerusalemi mu mwe-
zi ogwokusatu mu mwaka ogwekumi netano ogwo-
11 kufuga kwa Asa. Nebawerayo ku lunako olwo eri
Mukama nga bagya ku munyago gwebaleta ente
12 lusanvu nendiga kasanvu. Nebaingira mu ndaga-
no okunonya Mukama Katonda wa bajaja babwe

nomutima gwabwe gwona nememe yabwe yona;
era buli atakirize kunonya Mukama Katonda wa 13
Isiraeri atibwenga, oba muto oba mukulu, oba musaja oba mukazi. Nebalairira Mukama nedobozi 14
dene nokwogerera wagulu namakondere nengombe. Yuda yena nebasanyukira ekirairo ekyo: 15
kubanga bali balaide nomutima gwabwe gwona nebamunonya nokwagala kwabwe kwona; nebamulaba: Mukama nabawa okuwumula enjuwi zona.

Era ne Maaka nyina Asa kabaka namugoba mu 16
bwa namasole kubanga yali akoze ekifananyi ekyomuzizo okuba Asera; Asa natema ekifananyikye nakifula enfufu nakyokera ku kaga Kidironi. Naye ebifo ebigulumivu tebyagyibwawo mu Isira- 17
eri: naye omutima gwa Asa gwatukirira enakuze zona. Naingiza mu nyumba ya Katonda ebintu 18
kitawe byeyawonga nebintu byeyawonga ye ye nyini, efeza nezabu nebintu. Newataba ntalo nate 19
okutusa omwaka ogwasatu mwetano ogwa Asa.

16

Awo mu mwaka ogwasatu mu mukaga ogwoku- 1
fuga kwa Asa, Baasa kabaka wa Isiraeri natabala Yuda, nazimba Lama obutaganya muntu kufuluma newakubade okuingira eri Asa kabaka wa Yuda. Awo Asa nagya efeza nezabu mu byobugaga 2
ebyomunyumba ya Mukama nebyomunyumba ya kabaka, natumira Benikadada kabaka Webusuli eyabera Edamasiko, ngayogera nti (Waliwo) enda- 3
gano eri nze nawe, nga (bweyali) eri kitange ne kitawo: laba, nkuwere'za feza nezabu; genda omenye endaganoyo eri Baasa kabaka wa Isiraeri anveko. Awo Benikadada nawulira kabaka Asa, 4
natuma abakulu begyerye okulumba ebibuga bya Isiraeri; nebakuba Iyoni ne Dani ne Aberimaimu

nebibuga byona ebyokuterekeramu ebya Nafutali.
5 Awo olwatuka Baasa bweyakiwulira naleka oku-
6 zimba Lama nakomya omulimugwe. Awo kabaka Asa namenya Yuda yena; nebagyawo amainja Agerama nemiti gyakyo Baasa byeyazimbya; na-
7 zimba nabyo Geba ne Mizipa. Era mu biro ebyo Kanani omulabi naja eri Asa kabaka wa Yuda namugamba nti Kubanga wamwesiga kabaka Webusuli notesiga Mukama Katondawo, egye lya kabaka Webusuli kyerivude liwona mu mukono-
8 gwo. Abesiyopya Nabalubimu tebali gye dene kitalo, nga balina amagali nabebagala embalasi bangi nyo nyini? naye kubanga wamwesiga Mu-
9 kama, nabagabula mu mukonogwo. Kubanga amaso ga Mukama gatambulatambula eruwi neruwi okubuna ensi zona, okweraga bwali owamanyi eri bo abalina omutima ogutukiride gyali. Mu kino okoze ekyobusirusiru; kubanga onosokerawo
10 okuba nentalo. Awo Asa nalyoka asunguwalira omulabi, namuteka munju eyekomera; kubanga yali amuliko ekiruwi olwekigambo ekyo. Asa na-
11 joga abamu ku bantu mu biro ebyo. Era, laba, ebikolwa bya Asa ebyasoka nebyamalirwako, laba, byawandikibwa mu kitabo kya bakabaka ba Yuda
12 ne Isiraeri. Ne mu mwaka ogwamakumi asatu mu mwenda ogwokufugakwe Asa nalwala ebigere; endwadeye nenyikira nyo: naye bweyalwala na-
13 tagenda eri Mukama naye eri abasawo. Asa neyebakira wamu ne bajajabe nafira mu mwaka ogwa-
14 na mu gumu ogwokufugakwe. Nebamuzika mu ntanaze ye zeyetemera mu kibuga kya Daudi, nebamuteka ku kitanda ekyajula ebyakalosa ebiwomerevu (nenvumbo) ezengeri nyingi, ebyalongosebwa namagezi gabafumbi ba kalifuwa: nebamunyokereza bingi nyo nyini.

17

YEKOSAFATI mutabaniwe nafuga mu kifokye, 1
neyenyuweza okulwana ne Isiraeri. Nateka egye 2
mu bibuga byona ebiriko enkomera ebya Yuda
nateka ebigo munsi ya Yuda ne mu bibuga bya
Eferaimu Asa kitawe byeyalya. Mukama naba ne 3
Yekosafati, kubanga yatambuliranga mu makubo
agoluberyeberye aga kitawe Daudi natagenda eri
Babaali ; naye nagendanga eri Katonda wa kitawe, 4
natambulira mu matekage so si ngebikolwa bya
Isiraeri bwebyali. Mukama kyeyava anyuweza 5
obwakabaka mu mukonogwe ; Yuda yena naletera
Yekosafati ebirabo ; naba nobugaga nekitibwa
kingi nyo. Omutimagwe negugulumizibwa mu 6
makubo ga Mukama : era nagyawo ebifo ebigulu-
mivu ne bāsera mu Yuda. Era mu mwaka ogwo- 7
kusatu ogwokufugakwe natuma abakungube, Be-
nikairi ne Obadiya ne Zekaliya ne Nesaneri ne
Mikaya okuigiriza mu bibuga bya Yuda ; era 8
wamu nabo Abalevi, Semaya ne Nesaniya ne Ze-
badiya ne Asakeri ne Semiramosi ne Yekonasani ne
Adoniya ne Tobiya ne Tobadoniya, Abalevi ; era
wamu nabo Erisama ne Yekolamu, bakabona. Ne- 9
baigiriza mu Yuda nga balina ekitabo ekyamateka
ga Mukama ; nebatambulanga okubuna ebibuga
byona ebya Yuda nebaigiriza mu bantu. Entisa ya 10
Mukama negwa ku bwakabaka bwona obwensi
ezetolode Yuda, nokulwana nebatalwana ne Yeko-
safati. Abamu ku Bafirisiti nebamuletera Yeko- 11
safati ebirabo ne feza okuba omusolo ; era Naba-
walabu nebamuletera embuzi, endiga enume kasa-
nvu mu lusanvu, nembuzi enume kasanvu mu lu-
sanvu. Yekosafati naba mukulu nyo nyini ; na- 12
zimba mu Yuda ebigo nebibuga ebyokuterekera-
mu. Era yalina emirimu mingi mu bibuga bya 13
Yuda ; nabasaja abalwanyi nabasaja abamanyi aba-

14 zira mu Yerusalemi. Ero kuno kwe kwali okuba-
libwa kwabwe ngenyumba za bakitabwe bwezali;
ku Yuda abami benkumi; Adina omwami, era
wamu naye abasaja abamanyi abazira obusirivu
15 busatu: neyamudirira Yekokanani omwami, era
wamu naye obusirivu bubiri mwobukumi muna-
16 na: neyamudirira Amasiya mutabani wa Zikiri,
eyewayo kububwe eri Mukama; era wamu naye
17 abasaja abamanyi abazira obusirivu bubiri: ne ku
Benyamini; Eriada omusaja owamanyi omuzira,
era wamu naye obusirivu bubiri, abakwatanga
18 emitego nengabo: neyamudirira Yekozabada, era
wamu naye akasirivu mwobukumi munana, abete-
19 setese okulwana. Abo be bawerezanga kabaka,
obutasako abo kabaka beyateka mu bibuga ebyali-
ko enkomera okubuna Yuda yona.

18

1 Era Yekosafati yalina obugaga nekitibwa kingi
2 nyo nyini; nafuka mukodomi wa Akabu. Awo
emyaka bwegyaitawo naserengeta eri Akabu Esa-
maliya. Akabu namutira endiga nente nyingi
nyo, ye nabantu abali naye, namusendasenda oku-
3 tabala Eramosigireada (wamu naye). Awo Akabu
kabaka wa Isiraeri nagamba Yekosafati kabaka wa
Yuda nti Onogenda nange Eramosigireada? Awo
namudamu nti Nze ndi nga gwe bwoli, nabantu
bange ngabantubo; era (tuliba) wamu nawe mu
4 ntalo ezo. Awo Yekosafati nagamba kabaka wa
Isiraeri nti Nkwegairide, buza ekigambo kya
5 Mukama lero. Awo kabaka wa Isiraeri nakunga-
nya banabi abasaja ebikumi bina, nabagamba nti
Tutabale Eramosigireada nantiki ndekeyo? Ne-
bogera nti Yambuka; kubanga Katonda alikiga-
6 bula mu mukono gwa kabaka. Naye Yekosafati
nayogera nti Tewali wano nate nabi wa Mukama,

tumubuze? Kabaka wa Isiraeri nagamba Yeko- 7
safati nti Waliwo nate omusaja omu gwetuinza
okubulizamu Mukama: naye mukyawa; kubanga
tandagulangako birungi wabula ebibi ebyerere:
oyo ye Mikaya mutabani wa Imula. Yekosafati na-
yogera nti Kabaka aleme okwogera bwatyo. Awo 8
kabaka wa Isiraeri naita omumbowa nayogera nti
Yanguwa okime Mikaya mutabani wa Imula. Era 9
kabaka wa Isiraeri ne Yekosafati kabaka wa Yuda
nebatula buli muntu kuntebeye nga bambade ebya-
mbalo byabwe, nga batude mu mbuga eri ku mu-
lyango gwa wankaki Wesamaliya; banabi bona
nebalagula mu maso gabwe. Awo Zedekiya muta- 10
bani wa Kenaana neyekolera amayembe agebyu-
ma nayogera nti Bwatyo bwayogera Mukama nti
Olitomera Abasuli na gano okutusa lwebalimali-
bwawo. Ne banabi bona nebalagula bwebatyo, 11
nga bogera nti Yambuka Eramosigireada olabe
omukisa: kubanga Mukama alikigabula mu mu-
kono gwa kabaka. Awo omubaka eyagenda oku- 12
ita Mikaya namugamba nti Laba, ebigambo bya
banabi (bimubulira) kabaka ebirungi nakamwa
kamu: nkwegairide, ekigambokyo kifanane eki-
gambo kyomu kubo, oyogere ebirungi. Awo Mika- 13
ya nayogera nti Nga Mukama bwali omulamu,
Katonda wange kyanagamba, ekyo kyenayogera.
Awo bweyaja eri kabaka, kabaka namugamba nti 14
Mikaya, tutabale Eramosigireada nantiki ndekeyo?
Nayogera nti Mwambuke mulabe omukisa; era
baligabulwa mu mukono gwamwe. Awo kabaka 15
namugamba nti Nakulaiza emirundi emeka oleme
okumbulira ekigambo nekimu wabula amazima
mu linya lya Mukama? Nayogera nti Ndabye 16
Isiraeri yena ngasasanide ku nsozi ngendiga
ezitalina musumba: Mukama nayogera nti Abo
tebalina mukama wabwe; badeyo buli muntu mu
nyumbaye mirembe. Awo kabaka wa Isiraeri 17
nagamba Yekosafati nti Sikugambye nga talagule

18 birungi eri nze wabula ebibi? Nayogera nti Kale
muwulire ekigambo kya Mukama: ndabye Muka-
ma ngatude ku ntebeye negye lyona eryomugulu
nga baimiride ku mukonogwe ogwadyo ne ku gwa
19 kono. Mukama nayogera nti Ani anasendasenda
Akabu kabaka wa Isiraeri ayambuke Eramosigire-
ada agwe? Omu nayogera bwatyo; omulala nayo-
20 gera bwatyo. Awo newafuluma omuzimu negui-
mirira mu maso ga Mukama negwogera nti Nze na-
musendasenda. Mukama nagugamba nti Otya?
21 Negwogera nti Nafuluma nembera omuzimu ogwo-
bulimba mu kamwa ka banabibe bona. Nayogera
nti Gwonomusendasenda nokusobola onosobola:
22 fuluma okole bwotyo. Kale no, laba, Mukama
atade omuzimu ogwobulimba mu kamwa ka bana-
23 bibo bano; era Mukama akwogedeko akabi. Awo
Zedekiya mutabani wa Kenaana nasembera na-
mukuba Mikaya ku matama, nayogera nti Omwo-
yo gwa Mukama gwampitako gutya okwogera na-
24 we? Mikaya nayogera nti Laba, oliraba ku luna-
ku olwo bwoliingira mu kisenge ekyomunda okwe-
25 kweka. Awo kabaka wa Isiraeri nayogera nti
Mumutwale Mikaya mumu'ze eri Amoni omukulu
26 wekibuga neri Yoasi mutabani wa kabaka; mwo-
gere nti Bwatyo bwayogera kabaka nti Olusaja
luno mumuteke mu komera mumulisenga nemere
eyokulaba enaku nama'zi agokulaba enaku,
27 okutusa lwendikomawo emirembe. Awo Mikaya
nayogera nti Okukomawo bwolikomawo emire-
mbe, Mukama nga tayogerede munze. Nayogera
nti Muwulire, mwe amawanga mwena.
28 Awo kabaka wa Isiraeri ne Yekosafati kaba-
29 ka wa Yuda nebambuka Eramosigireada. Kabaka
wa Isiraeri nagamba Yekosafati nti Nekyusa ne-
nyingira mu lutalo; naye gwe yambala ebyamba-
lobyo. Awo kabaka wa Isiraeri neyekyusa nebai-
30 ngira mu lutalo. Awo kabaka Webusuli yali ala-
gide abami bamagalige ngayogera nti Temulwana

na bato newakubade abakulu, wabula kabaka wa Isiraeri yeka. Awo olwatuka abami bamagali 31
bwebalaba Yekosafati nebogera nti Mazima ye kabaka wa Isiraeri; kyebava bakyama okulwana naye: naye Yekosafati nayogerera wagulu, Mukama namubera; Katonda nabamuvisako. Awo 32
olwatuka abami bamagali bwebalaba nga siye kabaka wa Isiraeri, awo nebakomawo okumugoberera. Awo newabawo omuntu eyananula omutego- 33
gwe nga tagenderede, nalasa kabaka wa Isiraeri ebyambalobye ebyebyuma webigatira: kyeyava agamba omugoba wegaliye nti Kyusa omukonogwo onziye mugye; kubanga nfumitidwa nyo. Olutalo nerweyongera ku lunaku olwo: naye ka- 34
baka neyekakabiriza mu galiye okulwana Nabasuli, okutusa akawungezi: awo enjuba bweyali ngegwa nafa.

19

Awo Yekosafati kabaka wa Yuda nakomawo 1
mu nyumbaye mirembe Eyerusalemi. Yeku mu- 2
tabani wa Kanani omulabi nafuluma okumusisinkana nagamba kabaka Yekosafati nti Wandibede ababi nobagala abo abakyawa Mukama? olwekigambo ekyo obusungu bukuliko obuva mu maso ga Mukama. Naye mugwe mulabise ebirungi, kuba- 3
nga wagyawo Bäserosi munsi, nokakasa omutimagwo okunonya Katonda.

Awo Yekosafati nabera Eyerusalemi: nafuluma 4
nate mu bantu okuva Ebeeriseba okutuka munsi eyensozi eya Eferaimu, nabakomyawo eri Mukama Katonda wa bajaja babwe. Nasawo abalamuzi 5
munsi okubuna ebibuga byona ebiriko enkomera ebya Yuda, buli kibuga kina kimu, nagamba aba- 6
lamuzi nti Mulowoze byemukola: kubanga temulamulira bantu wabula Mukama; era ye ali wamu

7 namwe mu kusala emisango. Kale no entisa ya
Mukama ebere kumwe ; mwekume mukole bwe-
mutyo : kubanga tewali butali butukirivu eri Mu-
kama Katonda wafe newakubade okusososola mu
8 bantu newakubade okulya enguzi. Era mu Yeru-
salemi Yekosafati mweyasawo ku Balevi ne baka-
bona ne ku mitwe (gyenyumba) za bakitabwe eza
Isiraeri olwokulamula kwa Mukama nolwempaka.
9 Nebakomawo Eyerusalemi. Awo nabakutira nga-
yogera nti Bwemutyo bwemuba mukola mu ntisa
ya Mukama nobwesigwa era nomutima ogwatuki-
10 rira. Era baganda bamwe abali mu bibuga bya-
bwe bwebanaletanga gyemuli okukayana kwona,
eruwi omusai neruwi omusai, eruwi eteka neruwi
ekiragiro, eruwi ebyakutirwa neruwi emisango,
munabalabulanga baleme oku'za omusango eri
Mukama, obusungu nebuja bwebutyo kumwe ne
ku baganda bamwe: mukolenga bwemutyo nemu-
11 tabako musango. Era, laba, Amaliya kabona
omukulu yabafuga mu bigambo byona ebya Muka-
ma ; ne Zebadiya mutabani wa Isimaeri, omukulu
wenyumba ya Yuda, mu bigambo byona ebya ka-
baka : era Nabalevi baliba bami mu maso gamwe.
Mube namanyi mukole, era Mukama abere alina
ensonga.

20

1 Awo olwatuka oluvanyuma lwebyo abana ba
Moabu nabana ba Amoni era wamu nabo abamu
ku Bamoni nebatabala Yekosafati okulwana naye.
2 Awo newaja abantu abamugamba Yekosafati nti
Egye dene likutabade eriva emitala wenyanja Ebu-
suli ; era, laba, bali mu Kazazonitamala [ye Enige-
3 di]. Yekosafati natya neyetekateka okunonya
4 Mukama ; nalangira okusiba mu Yuda yona. Yu-
da nebakungana okunonya (okuberwa) eri Muka-
ma : bāvira dala mu bibuga byona ebya Yuda

okunonya Mukama. Yekosafati naimirira mu 5
kunganiro lya Yuda ne Yerusalemi mu nyumba
ya Mukama mu maso golugya olugya ; nayogera 6
nti Ai Mukama Katonda wa bajaja bafe, gwe si
Katonda mu gulu? era si gwofuga obwakabaka
bwona obwamawanga? ne mu mukonogwo mwe
muli obuinza namanyi nokubawo newatabawo
ainza okukuziiza. Ai Katonda wafe, si gwe wago- 7
ba abali munsi eno mu maso gabantubo Isiraeri,
nogiwa ezade lya Ibulaimu mukwanogwo emire-
mbe gyona? Nebabera omwo, era bakuzimbide 8
omwo ekigwa olwerinyalyo, nga bogera nti Obu- 9
bi bwebunatutukangako, ekitala, omusango, oba
lumbe oba njala, tunaimiriranga mu maso genyu-
mba eno ne mu masogo, [kubanga erinyalyo liri
mu nyumba eno,] netukukabira nga tulabye ena-
ku, nawe oliwulira nolokola. Awo no tunulira 10
abana ba Amoni ne Moabu nabokulusozi Seira be-
wagana Isiraeri okutabala bwebava munsi Yemi-
siri, naye nebakyama okubavako nebatabazikiriza ;
laba, bwebatusasula, okuja okutugoba mu butaka- 11
bwo bwotuwade okulya. Ai Katonda wafe, toli- 12
basalira musango? kubanga tetulina manyi na
katono eri egye lino edene eritutabade : so tetuma-
nyi bwetuba tukola ; naye amaso gafe gakutunu-
lira gwe. Yuda yena nebaimirira mu maso ga 13
Mukama nga balina abana babwe abato, ne bakazi
babwe, nabana babwe. Awo omwoyo gwa Muka- 14
ma neguja ku Yakazieri mutabani wa Zekaliya
mutabani wa Benaya mutabani wa Yeyeri muta-
bani wa Mataniya Omulevi owokubatabani ba
Asafu wakati mu kibina ; nayogera nti Muwu- 15
lire, mwe Abayuda mwena, namwe ababera mu
Yerusalemi, nawe, kabaka Yekosafati : bwatyo
bwabagamba Mukama nti Temutya mwe so temu-
kengentererwa olwegye lino edene ; kubanga olu-
talo si lwamwe naye lwa Katonda. Enkya muse- 16
rengete mulwane nabo ; laba, bambukira awali-

nyirirwa Ezizi ; namwe mulibasanga ekiwonvu
17 wekisibukira mu maso golukola Yerueri. Temulyetaga kulwana mu (lutalo) luno : mwesimbe muimirire buimirizi mulabe obulokozi bwa Mukama obuli namwe, gwe Yuda ne Yerusalemi : temutya so temukengentererwa : enkya mubata-
18 bale ; kubanga Mukama ali namwe. Awo Yekosafati navunama amasoge ku taka : ne Yuda yena nababera mu Yerusalemi nebavunama mu maso ga
19 Mukama, nga basinza Mukama. Abalevi abokubana Babakokasi nabokubana Babakola nebaimirira okutendereza Mukama Katonda wa Isiraeri
20 nedobozi dene nyo nyini. Nebagolokoka enkya mu makya nebafuluma mu lukola Olwetekoa : awo bwebali nga bafuluma Yekosafati naimirira nayogera nti Mumpulire, mwe Abayuda namwe ababera mu Yerusalemi ; mukirize Mukama Katonda wamwe, bwemutyo bwemunanyuwezebwa ; mukirize banabibe, bwemutyo bwemunalaba omu-
21 kisa. Awo bweyamala okutesa nabantu, nasawo abo abanaimbira Mukama nebatendereza obulungi bwobutukuvu nga bafuluma nga bakulembede egye nebogera nti Mumwebaze Mukama ; kubanga
22 okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona. Awo bwebatanula okuimba nokutendereza, Mukama nategera abatezi abana ba Amoni ne Moabu nabokulusozi Seira, abali batabade Yuda ; nebakubi-
23 bwa. Kubanga abana ba Amoni ne Moabu nebalumba abokulusozi Seira, okubata nokubazikiririza dala : awo bwebamalira dala abokulusozi Seira,
24 buli muntu nebegata okuzikiriza mune. Awo Yuda bwebatuka ku kigo ekikumirwako ekyomulukola, nebatunulira egye, awo, laba, nga mirambo
25 egigude wansi, so tewali abawona. Awo Yekosafati nabantube bwebatuka okubagyako omunyago, nebasanga mubo obugaga bungi nemirambo nebintu ebyomuwendo omungi, byebeyambulira boka, obungi bwabyo nebibalema okutwala : nebamala

enaku satu nga banyaga omunyago, bwegwali
mungi bwegutyo. Awo ku lunaku olwokuna 26
nebakunganira mu kiwonvu Beraka ; kubanga eyo
gyebamwebaliza Mukama : ekifo ekyo kyekyava
litumibwa erinya kiwonvu Beraka ne lero. Awo 27
nebadayo, buli muntu owa Yuda Noweyerusalemi,
Yekosafati ngabakulembede, okudayo Eyerusale-
mi nga basanyuse ; kubanga Mukama abawade
okusanyukira abalabe babwe. Nebaja Eyerusa- 28
lemi nga balina entongoli nenanga namakondere
eri enyumba ya Mukama. Entisa ya Katonda 29
neba ku bwakabaka bwona obwensi bwebawulira
Mukama ngalwana nabalabe ba Isiraeri. Awo 30
amatwale ga Yekosafati negaterera : kubanga Ka-
tondawe namuwa okuwumula enjuwi zona.

Yekosafati nafuga Yuda : yali yakamaze emya- 31
ka amakumi asatu mwetano bweyatanula okufuga ;
nafugira emyaka amakumi abiri mwetano mu Ye-
rusalemi : ne nyina erinyalye Azuba muwala wa
Siriki. Natambulira mu kubo lya Asa kitawe, 32
natakyama okulivamu, ngakola ebyo ebyali mu
maso ga Mukama ebirungi. Era naye ebifo ebigu- 33
lumivu tebyagyibwawo ; so nabantu nga tebanaba
kukakasa mitima gyabwe eri Katonda wa bajaja
babwe. Era ebikolwa ebirala byona ebya Yeko- 34
safati, ebyasoka nebyamalirwako, laba, byawandi-
kibwa mu bigambo bya Yeku mutabani wa Kana-
ni, ebyaingizibwa mu kitabo kya bakabaka ba
Isiraeri.

Awo oluvanyuma lwebyo Yekosafati neyegata 35
ne Akaziya kabaka wa Isiraeri ; oyo nakola bubi
nyo : neyegata naye okusiba amato agokugenda 36
Etalasisi : nebasibira amato Eyezionigebera. Awo 37
Erieza mutabani wa Dodavaku Owemalesa nala-
gula ku Yekosafati ngayogera nti Kubanga wega-
se ne Akaziya, Mukama azikiri'za emirimugyo.
Amato negamenyeka nokuinza negatainza kuge-
nda Etalasisi.

21

1 Awo Yekosafati neyebakira wamu ne bajajabe
nazikibwa wamu ne bajajabe mu kibuga kya Da-
udi: Yekolamu mutabaniwe nafuga mu kifokye.
2 Era yalina aboluganda batabani ba Yekosafati,
Azaliya ne Yekieri ne Zekaliya ne Azaliya ne
Mikaeri ne Sefatiya: abo bona batabani ba Yeko-
3 safati kabaka wa Isiraeri. Kitabwe nabawa ebi-
rabo ebikulu, zabu ne feza nebintu ebyomuwendo
omungi, nebibuga ebiriko enkomera mu Yuda:
naye obwakabaka nabuwa Yekolamu, kubanga ye
4 yali omuberyeberye. Awo Yekolamu bweyamala
okukulira obwakabaka bwa kitawe, era nga ye-
nyuwezeza nalyoka ata bagandabe bona nekitala
5 nabamu abokubakulu ba Isiraeri. Yekolamu yali
yakamaze emyaka amakumi asatu mwebiri bwe-
yatanula okufuga; nafugira emyaka munana mu
6 Yerusalemi. Natambulira mu kubo lya bakabaka
ba Isiraeri ngenyumba ya Akabu bwebakolanga:
kubanga yafumbirwa muwala wa Akabu: nakola
7 ebyali mu maso ga Mukama ebibi. Naye Mu-
kama teyayagala kuzikiriza nyumba ya Daudi
olwendagano gyeyalagana ne Daudi, era nga bwe-
yasubiza okumuwa etabaza nabanabe emirembe
8 gyona. Ku mirembegye Edomu najema okuva
wansi womukono gwa Yuda, nebekolera kabaka.
9 Awo Yekolamu nasomoka nabamibe namagalige
gona wamu naye: nagolokoka kiro nakuba Abe-
10 domu abamuzingiza, nabami bamagali. Awo
Edomu najema okuva wansi womukono gwa
Yuda ne lero. Awo Libina najema mu biro ebyo
wansi womukonogwe kubanga yali avude ku
11 Mukama, Katonda wa bajajabe. Era nate nakola
ebifo ebigulumivu ku nsozi za Yuda, nayenza
12 ababera mu Yerusalemi, nakyamya Yuda. Awo
newamujira ekiwandiko ekyava eri Eriya nabi

ekyogera nti Bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Daudi kitawo nti Kubanga totambulide mu makubo ga Yekosafati kitawo newakubade mu makubo ga Asa kabaka wa Yuda; naye notambu- 13
lira mu kubo lya bakabaka ba Isiraeri, noyenza Yuda nababera mu Yerusalemi, ngenyumba ya Akabu bweyakola; era nokuta wata bagandabo abomunyumba ya kitawo, abakusinga obulungi: laba, Mukama alirwaza abantubo kawumpuli 14
mungi nabanabo ne bakazibo nebintubyo byona: nawe oliba nendwade nyingi ebyendabyo nga 15
birwade okutusa ebyendabyo lwebirikuvamu olwendwade eya buli lunaku. Awo Mukama 16
nakubiriza omwoyo Gwabafirisiti eri Yekolamu, Nogwabawalabu abaliranye Abesiyopya: nebata- 17
bala Yuda, nebakiwagula nebaingiramu nebanyaga ebintu byona ebyalabika mu nyumba ya kabaka ne batabanibe ne bakazibe; newatamusigalira mwana nomu wabula Yekoakazi omuto owokubanabe. Awo oluvanyuma lwebyo byona Mukama 18
namulwaza ebyenda endwade etewonyezeka. Awo 19
olwatuka ebiro bwebyaitawo emyaka ebiri nga giwede ebyendabye nebimuvamu olwendwadeye nafa endwade nyingi. Abantube nebatamunyokereza ngokunyoka kwa bajajabe. Yali yakamaze 20
emyaka amakumi asatu mwebiri bweyatanula okufuga, nafugira emyaka munana mu Yerusalemi: nagenda nga tewali amwegomba; nebamuzika mu kibuga kya Daudi, naye si mu malalo ga bakabaka.

22

Awo ababera mu Yerusalemi nebamufula Aka- 1
ziya omwanawe omuto kabaka mu kifokye: kubanga ekibina kyabasaja abaja Nabawalabu mu lusisira bali base abakulu bona. Awo Akaziya mutabani wa Yekolamu kabaka wa Yuda nafuga.

2 Akaziya yali yakamaze emyaka amakumi ana
mwebiri bweyatanula okufuga; nafugira omwaka
gumu mu Yerusalemi. Ne nyina erinyalye yali
3 Asaliya muwala wa Omiri. Era naye natambu-
lira mu makubo genyumba ya Akabu: kubanga
4 nyina ye yamuwereranga okukola obubi. Na-
kola ebyali mu maso ga Mukama ebibi ngenyu-
mba ya Akabu bwebakolanga: kubanga abo be
bamuwereranga, kitawe ngamaze okufa, oku-
5 muzikiriza. Era yatambulanga ngokutesa kwa-
bwe bwekwali nagenda ne Yekolamu mutabani
wa Akabu kabaka wa Isiraeri okulwana ne
Kazaeri kabaka Webusuli Eramosigireada: Aba-
6 suli nebamufumita Yolamu ekiwundu. Awo
nakomawo okuwonera Eyezereeri ebiwundu bye-
bamufumitira Erama bweyalwana ne Kazaeri
kabaka Webusuli. Azaliya mutabani wa Yeko-
lamu kabaka wa Yuda naserengeta okulambula
Yekolamu mutabani wa Akabu Eyezereeri ku-
7 banga alwade. Era okuzikirira kwa Akaziya
kwava eri Katonda, kubanga yagenda eri Yola-
mu: kubanga bweyaja, nagenda ne Yekolamu
eri Yeku mutabani wa Nimusi Mukama gweyali
afuseko amafuta okumalawo enyumba ya Akabu.
8 Awo olwatuka Yeku bweyali ngatukiriza omu-
sango ku nyumba ya Akabu nasanga abakulu ba
Yuda nabana ba baganda ba Akaziya nga bawe-
9 reza Akaziya, nabata. Nanonya Akaziya nebe-
mukwata, [era yali nga yekwese mu Samaliya,]
nebamuleta eri Yeku nebamuta; nebamuzika,
kubanga nebogera nti Ye mutabani wa Yeko-
safati eyanonya Mukama nomutimagwe gwona.
Enyumba ya Akaziya neteba na manyi okunyu-
weza obwakabaka.
10 Awo Asaliya nyina Akaziya bweyalaba omwa-
nawe ngafude, nagolokoka nazikiriza ezade lyona
11 erya kabaka eryenyumba ya Yuda. Naye Yeko-
sabeasi muwala wa kabaka natwala Yoasi muta-

bani wa Akaziya namuba namugya mu bana ba kabaka abatibwa, nabateka nomuleziwe, mu kisenge ekyokusulamu. Awo Yekosabeasi muwala wa kabaka Yekolamu muka Yekoyada kabona, [kubanga yali muganda wa Akaziya,] namukweka Asaliya, natamu'ta. Awo nabera na- 12
ye ngakwekedwa mu nyumba ya Mukama namala emyaka mukaga: Asaliya nafuga ensi.

23

Awo mu mwaka ogwomusanvu Yekoyada 1
neyenyuweza nalaganya naye abami bebikumi, Azaliya mutabani wa Yerokamu ne Isimaeri mutabani wa Yekokanani ne Azaliya mutabani wa Obeda ne Maaseya mutabani wa Adaya ne Erisafati mutabani wa Zikiri. Awo nebatambu- 2
latambula mu Yuda nebakunganya Abalevi okuva mu bibuga byona ebya Yuda, nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe eza Isiraeri, nebaja Yerusalemi. Ekibina kyona nebalagana endagano ne 3
kabaka mu nyumba ya Katonda. Awo nabagamba nti Laba, mutabani wa kabaka anafuga, nga Mukama bweyayogera ebya batabani ba Daudi. Ekigambo kino kyemuba mukola: eki- 4
tundu kyamwe ekyokusatu abaingira ku sabiti, ku bakabona ne ku Balevi, banaba ba'gazi ba nzigi; nekitundu ekyokusatu banaba ku nyumba 5
ya kabaka; nekitundu ekyokusatu banaba ku mulyango ogwomusingi: nabantu bona banaba mumpya ezenyumba ya Mukama. Naye waleme 6
okubawo anaingira mu nyumba ya Mukama wabula bakabona nabo aboku Balevi abawereza; abo banaingiranga, kubanga batukuvu: naye abantu bona banakwatanga okukuma kwa Mukama. Era Abalevi banetolola kabaka enjuwi 7
zona, buli muntu ngakute ebyokulwanyisabye

mu mukonogwe; noyo anaingira mu nyumba atibwe: era mubenga ne kabaka bwanafuluma-
8 nga era bwanaingiranga. Awo Abalevi ne Yuda yena nebakola nga byona bwebiri Yekoyada kabona byalagide: nebatwala buli muntu abasajabe, abokuingira ku sabiti wamu nabokufuluma ku sabiti; kubanga Yekoyada kabona teyasibula
9 mpalo. Awo Yekoyada kabona nabawa abami bebikumi amafumu nobugabo nengabo ebyali ebya kabaka Daudi, ebyali mu nyumba ya Ka-
10 tonda. Awo nasawo abantu bona, buli muntu ngakute ekyokulwanyisakye mu mukonogwe, okuva ku luwi lwenyumba olwadyo okutuka ku luwi lwenyumba olwa kono, okulirana ekyoto
11 nenyumba awali kabaka enjuwi zona. Awo nebafulumya omwana wa kabaka nebamutikira engule eyobwakabaka (nebamuwa) obujulizi; nebamufula kabaka, Yekoyada ne batabanibe nebamufukako amafuta; nebogera nti Kabaka abe
12 mulamu. Awo Asaliya bweyawulira oluyogano lwabantu, nga badukana era nga batendereza kabaka, naja eri abantu mu nyumba ya Mukama:
13 natunula, awo, laba, kabaka ngaimiride awali empagiye awaingirirwa, nabami namakondere nga baliranye kabaka; nabantu bona abensi nebasanyuka nebafuwa amakondere; era nabaimbi nabo (nebakuba) ebintu ebivuga nebaletereza oluimba olwokutendereza. Awo Asaliya nayuza ebyambalobye nayogera nti Bujemu, bu-
14 jemu. Awo Yekoyada kabona nafulumya abami bebikumi abatekebwawo kugye, nabagamba nti Mumufulumye wakati wenyiriri; noyo anamugoberera atibwe nekitala: kubanga kabona yayogera nti Temumutira mu nyumba ya Mukama.
15 Awo nebamusegulira; nagenda awaingirirwa mu muzigo ogwembalasi mu nyumba ya kabaka: nebamu'tira eyo.
16 Awo Yekoyada nalagana endagano naye ye

nyini nabantu bona ne kabaka, babere abantu
ba Mukama. Awo abantu bona nebagenda mu 17
nyumba ya Baali, nebagimenyamenya; ebyotobye
nebifananyibye nebabimenyera dala, nebatira
Matani kabona wa Baali mu maso gebyoto. Awo 18
Yekoyada nasawo obwami obwokunyumba ya
Mukama wansi womukono gwa bakabona Aba-
levi, Daudi beyatekateka mu nyumba ya Mukama
okuwangayo ebiwebwayo ebyokebwa ebya Mu-
kama, nga bwekyawandikibwa mu mateka ga
Musa, nga basanyuka era nga baimba, nga Daudi
bweyatekateka. Nasawo abagazi ku nzigi zenyu- 19
mba ya Mukama, waleme okuingira omuntu yena
atali mulongofu olwekigambo kyona. Natwala 20
abami bebikumi nabakungu nabakulu babantu
nabantu bona abomunsi; naserengesa kabaka nga
bamugya mu nyumba ya Mukama: nebaja nga
bafuluma mu kubo eryomulyango ogwengulu eri
enyumba ya kabaka, nebatuza kabaka ku ntebe
yobwakabaka. Awo abantu bona abomunsi ne- 21
basanyuka, ekibuga nekiterera: nebatira Asaliya
nekitala.

24

Yoasi yali yakamaze emyaka musanvu bweya- 1
tanula okufuga; nafugira emyaka amakumi ana
mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali Zebiya
Owebeeriseba. Yoasi nakola ebyali mu maso 2
ga Mukama ebirungi enaku zona eza Yekoyada
kabona. Yekoyada nawasa abakazi babiri; nazala 3
abana abobulenzi nabobuwala. Awo olwatuka 4
oluvanyuma lwebyo Yoasi nayagala okudabiriza
enyumba ya Mukama. Nakunganya bakabona 5
Nabalevi, nabagamba nti Mufulume mugende
mu bibuga bya Yuda, musoloze ku Isiraeri yena
feza eyokudabiriza enyumba ya Katonda wamwe

buli mwaka, era temulema kwanguya ekigambo
6 ekyo. Era naye Abalevi nebatakyanguya. Awo
kabaka naita Yekoyada omukulu namugamba nti
Kiki ekyakulobera okusalira Abalevi okuletanga
omusolo gwa Musa omudu wa Mukama olwewe-
ma eyobujulizi nga bagusoloza ku Yuda ne ku
7 Yerusalemi ne ku kibina kya Isiraeri? Kubanga
batabani ba Asaliya, omukazi oyo omubi, bali
bamenye enyumba ya Katonda; era nebintu
byona ebyawongebwa ebyomunyumba ya Mu-
8 kama nebabiwa Babaali. Awo kabaka nalagira
nebakola esanduke, nebagiteka ebweru awali
9 olugi olwenyumba ya Mukama. Nebalangira
mu Yuda yona ne mu Yerusalemi okuletera
Mukama omusolo Musa omudu wa Katonda
10 gweyateka ku Isiraeri mu lukola. Awo abakulu
bona nabantu bona nebasanyuka nebaleta ne-
11 basula mu sanduke okutusa lwebamala. Awo
olwatuka mu kisera ekyo lwebaleta esanduke
munju kabaka wateseza ebigambo mu mukono
Gwabalevi, era bwebalaba nga mulimu ebintu
bingi, awo omuwandisi wa kabaka nomuwereza
wa kabona omukulu nebaja nebagyamu ebintu
mu sanduke, nebagitwala nebagi'za mu kifo
kyayo. Bwebatyo bwebakolanga buli lunaku,
12 nebasoloza ebintu bingi nyo. Awo kabaka ne
Yekoyada nebagiwa abo abakolanga omulimu
ogwokuwereza okwomunyumba ya Mukama;
nebagulirira abamainja nababa'zi okudabiriza
enyumba ya Mukama era nabawesi bebyuma
nabebikomo okudabiriza enyumba ya Mukama.
13 Awo abakozi nebakola omulimu nebakamala,
nebasimba enyumba ya Katonda nga bwekya-
14 gwanira, nebaginyuweza. Awo bwebamalira
dala, nebaleta ebintu ebyafikawo mu maso ga
kabaka ne Yekoyada, nebabikoza ebintu ebyo-
munyumba ya Mukama, ebintu ebiwereza era
ebyokuwongeramu, nebijiko, nebintu ebya zabu

ne feza. Nebawangayo ebiwebwayo ebyokebwa
mu nyumba ya Mukama obutayosa enaku zona
eza Yekoyada. Naye Yekoyada nakadiwa, nga- 15
jude enaku ngawangade enaku nyingi nafa; yali
yakamaze emyaka kikumi mwamakumi asatu
bweyafa. Nebamuzika mu kibuga kya Daudi 16
mu bakabaka kubanga yakola bulungi mu Isi-
raeri neri Katonda nenyumbaye. Awo oluva- 17
nyuma Yekoyada ngafude abakulu ba Yuda
nebaja nebavunamira kabaka. Awo kabaka
nabawulira. Nebaleka enyumba ya Mukama 18
Katonda wa bajaja babwe, nebawereza bāsera
nebifananyi: obusungu nebuja ku Yuda ne ku
Yerusalemi olwomusango gwabwe ogwo. Era 19
naye nabatumira banabi okubakomyawo eri Mu-
kama; nebaba bajulirwa eri bo: naye nebataganya
kutega matu. Awo omwoyo gwa Katonda neguja 20
ku Zekaliya mutabani wa Yekoyada kabona;
naimirira wagulu awali abantu nabagamba nti
Bwatyo bwayogera Katonda nti Musobeza ki
ebiragiro bya Mukama nokuinza nemutainza
kulaba mukisa? kubanga mwaleka Mukama, era
naye kyavude abaleka mwe. Nebamwekobana 21
nebamukuba amainja olwekiragiro kya kabaka
mu lugya olwokunyumba ya Mukama. Bwatyo 22
Yoasi kabaka natajukira kisa kyeyakolwa Ye-
koyada kitawe, naye nata mutabaniwe. Awo
bweyafa nayogera nti Mukama akitunulire aki-
vunane. Awo olwatuka omwaka bwegwagwako 23
egye Eryabasuli nerimutabala: nebaja eri Yuda
ne Yerusalemi nebazikiriza abakulu bona ababa-
ntu okubamalawo mu bantu, nebawereza omu-
nyago gwabwe gwona eri kabaka Wedamasiko.
Kubanga egye Eryabasuli nerija nga balina eki- 24
bina kyabasaja ekitono; Mukama nagabula mu
mukono gwabwe egye edene enyo nyini, kubanga
bali balese Mukama Katonda wa bajaja babwe.
Awo nebakomekereza omusango ku Yoasi. Awo 25

bwebamuvako [kubanga bamuleka obulwade nga bumukute nyo] abadube ye nebamwekobana olwomusai gwa batabani ba Yekoyada kabona, nebamutira ku kitandakye nafa: nebamuzika mu kibuga kya Daudi, naye nebatamuzika mu
26 malalo ga bakabaka. Era bano be bamwekobana; Zabada mutabani wa Simeasi omukazi Omwamoni, ne Yekozabada mutabani wa Simu-
27 lisi omukazi Omumoabu. Era ebya batabanibe nemigugu egyamutekebwako bwegyali emikulu nokuzimba nate enyumba ya Katonda, laba, byawandikibwa mu bitegeza ebyekitabo kya bakabaka. Amaziya mutabaniwe nafuga mu kifokye.

25

1 Amaziya yali yakamaze emyaka amakumi abiri mwetano bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi abiri mwomwenda mu Yerusalemi:
2 nerinya lya nyina lyali Yekoadani Oweyerusalemi. Nakola ebyo ebyali mu maso ga Mukama ebigolokofu, naye si na mutima ogwatukirira.
3 Awo olwatuka obwakabaka bwebwanyuwezebwa gyali, nalyoka ata abadube abata kabaka kitawe.
4 Naye natata bana babwe, naye nakola ngekyo bwekiri ekyawandikibwa mu mateka agomukitabo kya Musa nga Mukama bweyalagira nti Kitabwe talangibwanga gwa banabe okumuta, so nabana tebalangibwanga gwa bakitabwe okubata; naye buli muntu alangibwenga okwononakwe ye
5 okumuta. Era nate Amaziya nakunganya Yuda, nabatekateka ngenyumba za bakitabwe bwezali nga batwalibwa abami benkumi nabami bebikumi, Yuda yena ne Benyamini; nababala abakamaze emyaka amakumi abiri nokukirawo, nabalaba nga basaja abalonde obusirivu busatu, abainza okutaba-
6 la, abainza okukwata efumu nengabo. Era naguli-

rira abasaja abamanyi abazira kasirivu ngabagya
mu Isiraeri, olwa talanta eza feza kikumi. Naye 7
newaja gyali omusaja wa Katonda ngayogera nti
Gwe kabaka, egye lya Isiraeri lireme okugenda
nawe; kubanga Mukama tali wamu ne Isiraeri,
(tali) wamu nabana bona aba Eferaimu. Naye 8
bwonoyagala okugenda, kola (ebyobuzira), bera
namanyi olwolutalo: Katonda alikumega mu maso
gabalabe; kubanga Katonda alina obuinza okube-
ra nokumega. Awo Amaziya nagamba omusaja 9
wa Katonda nti Naye tunakola tutya olwa tala-
nta ekikumi zenawa egye lya Isiraeri? Omusaja
wa Katonda nadamu nti Mukama ainza okukuwa
ebisinga enyo ebyo. Awo Amaziya nabawulamu, 10
egye eryali li'ze gyali nga livude mu Eferaimu,
okudayo ewabwe: obusungu bwabwe kyebwava
bwaka enyo eri Yuda, nebadayo ewabwe nga
baliko ekiruwi kingi. Awo Amaziya naguma omwo- 11
yo natabaza abantube nagenda mu kiwonvu ekyo-
munyo nata ku bana aboku Seira kakumi. Abana 12
ba Yuda nebawamba nebatwala kakumi (abalala),
nebabaleta wagulu ku lwazi, nebabasula wansi
okuva ku banga lyolwazi, nokumenyeka nebame-
nyeka. Naye abasaja abomugye Amaziya lyeya- 13
'zayo baleme okutabala naye, nebagwa ku bibuga
bya Yuda okuva Esamaliya okutuka Ebesikoloni,
nebabatako enkumi satu, nebanyaga omunyago
mungi.

Awo olwatuka Amaziya bweyakomawo ngase 14
Abedomu, naleta bakatonda babana aboku Seira,
nabasimba okuba bakatondabe, navunama mu
maso gabwe nabotereza obubane. Obusungu bwa 15
Mukama kyebwava bwaka ku Amaziya, namu-
tumira nabi namugamba nti Wagenderanga ki eri
bakatonda babantu abatawonya bantu babwe bo mu
mukonogwo? Awo olwatuka bweyali ngayogera 16
naye (kabaka) namugamba nti Twali tukuingiziza
gwe mu batesa ne kabaka? lekera awo; wandiku-

bidwa ki? Awo nabi nalekera awo nayogera nti Manyi nga Katonda amaliride okukuzikiriza kubanga wakola ekyo notowulira kutesa kwange.

17 Awo Amaziya, kabaka wa Yuda, natesa ebigambo natumira Yoasi mutabani wa Yekoakazi mutabani wa Yeku kabaka wa Isiraeri ngayogera
18 nti Jangu tulabagane namaso. Awo Yoasi kabaka wa Isiraeri natumira Amaziya kabaka wa Yuda ngayogera nti Omwenyango ogwali ku Lebanoni gwatumira omuvule ogwali ku Lebanoni nga gwogera nti Muwe muwalawo mutabani wange amufumbirwe: awo ensolo eyomunsiko eyali ku Leba-
19 noni neitawo nerinyirira omwenyango. Oyogera nti Laba, okubye Edomu; nomutimagwo gukugulumiziza okwenyumiriza: obere no eka; lwaki okweingiza mu bitali bibyo nofirwa, nogwa, gwe
20 ne Yuda wamu nawe? Naye Amaziya natakiriza kuwulira; kubanga kyava eri Katonda abagabule mu mukono gwabalabe babwe, kubanga banonya-
21 nga bakatonda ba Edomu. Awo Yoasi kabaka wa Isiraeri natabala; ye ne Amaziya kabaka wa Yuda nebalabaganira namaso Ebesisemesi ekya
22 Yuda. Yuda nagobebwa mu maso ga Isiraeri;
23 nebadukira buli muntu mu wemaye. Awo Yekoasi kabaka wa Isiraeri nawamba Amaziya kabaka wa Yuda mutabani wa Yoasi mutabani wa Yekoakazi Ebesisemesi, namuleta Eyerusalemi, namenyamenya bugwe wa Yerusalemi okuva ku mulyango gwa Eferaimu okutuka ku mulyango ogwokunso-
24 nda, emikono ebikumi bina. Nanyaga ezabu nefeza yona nebintu byona ebyalabika mu nyumba ya Katonda wamu ne Obededomu, nebyobugaga ebyomunyumba ya kabaka, era nemisingo nabo, nadayo Esamaliya.

25 Awo Amaziya mutabani wa Yoasi kabaka wa Yuda nawangala emyaka kumi netano Yoasi mutabani wa Yekoakazi kabaka wa Isiraeri
26 ngamaze okufa. Era ebikolwa ebirala byona

ebya Amaziya, ebyasoka nebyamalirwako, laba, tebyawandikibwa mu kitabo kya bakabaka ba Yuda ne Isiraeri? Era okuva mu biro Amaziya lweyakyuka obutagoberera Mukama nebamwekobana mu Yerusalemi; nadukira Erakisi: naye nebatuma Erakisi okumugoberera nebamutira eyo. Nebamuletera ku mbalasi, nebamuzika wamu ne bajajabe mu kibuga kya Yuda.

27 28

26

Awo abantu bona aba Yuda nebadira Uziya eyali yakamaze emyaka kumi nomukaga namufula kabaka mu kifo kya kitawe Amaziya. Nazimba Erosi, naki'zayo eri Yuda, kabaka ngamaze okwebakira awamu ne bajajabe. Uziya yali yakamaze emyaka kumi nomukaga bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi atano mwebiri mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali Yekiriya Oweyerusalemi. Nakola ebyo ebyali mu maso ga Mukama ebirungi nga byona bwebyali kitawe Amaziya byeyakola. Neyesimba okununonya Katonda mu naku za Zekaliya eyalina okutegera mu kwolesebwa kwa Katonda: era ebiro byona lweyananonya Mukama, Katonda namulabya omukisa. Awo natabala nalwana Nabafirisiti namenyera dala bugwe wa Gasi ne bugwe wa Yabine ne bugwe wa Asidoda; nazimba ebibuga (munsi ya) Asidoda ne mu Bafirisiti. Katonda namubera ngalwana Nabafirisiti Nabawalabu ababera mu Gulabaali Nabameunimu. Abamoni nebamuwanga Uziya ebirabo: erinyalye neryatikirira nokutusa awaingiriwa Emisiri; kubanga naba namanyi mangi myo nyini. Era nate Uziya nazimba ebigo mu Yerusalemi ku lugi olwokunsonda ne ku lugi olwomukiwonvu ne (bugwe) wakyukira, nabinyuweza. Nazimba ebigo mu lukola natema ebidiba

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10

bingi, kubanga yalina ebisibo bingi; ne mu biwonvu ne mu lusenyi: (era yalina) abalimi nabalongosa emizabibu ku nsozi ne mu nimiro engimu;
11 kubanga yayagala nyo okulima. Era nate Uziya yalina egye eryabasaja abalwanyi, abatabala ebibina nebibina, ngomuwendo gwokubalibwa kwabwe bwegwali Yeyeri omuwandisi gweyabala, ne Maaseya omwami wansi womukono gwa Kananiya
12 omu ku bami ba kabaka. Omuwendo gwona ogwemitwe (gyenyumba) za bakitabwe, abasaja abamanyi abazira, gwali enkumi biri mu lukaga.
13 Era wansi womukono gwabwe newaba egye eryaigirizibwa, obusirivu busatu mu kasanvu mu bitano, abalwananga nobuinza bungi nyo, okubera
14 kabaka eri abalabe. Uziya nabategekera egye lyona engabo namafumu nenkufira nebizibawo ebyebyuma nemitego namainja agokuvumula.
15 Nakolera mu Yerusalemi ebyuma ebyagunjibwa abasaja abamagezi okubanga ku bigo ne ku nkomera ebyokulasa obusale namainja amanene. Erinyalye neryatikirira wala; kubanga yaberwa kitalo okutusa lweyafuna amanyi.
16 Naye lweyafuna amanyi omutimagwe negugulumizibwa nokukola nakola ebyobukyamu nayonona Mukama Katondawe; kubanga naingira mu yekalu ya Mukama okwotereza obubane ku kyoto
17 ekyobubane. Azaliya kabona naingira ngamuvako enyuma, era wamu naye bakabona ba Muka-
18 ma kinana abasaja abazira: nebamuziiza Uziya kabaka, nebamugamba nti Si mulimugwo, Uziya, okwotereza Mukama obubane wabula gwa bakabona batabani ba Aloni abayawulibwa okwoterezanga obubane: va mu kigwa; kubanga oyononye; so tekiriba kya kitibwakyo okuva eri Mu-
19 kama Katonda. Awo Uziya nasunguwala; era yali alina ekyoterezo mu mukonogwe okwotereza obubane; awo ngasunguwalide bakabona ebigenge nebifütüka ku kyenyikye mu maso ga bakabona mu

nyumba ya Mukama ku mabali gekyoto ekyobubane. Awo Azaliya kabona omukulu ne ba- 20
kabona bona nebamutunulira, era, laba, ebigenge nga bimukute mu kyenyi, nebanguya okumusindikiriza okuvamu; wewawo, ye ye nyini nayanguwa okuvamu kubanga Mukama amulwaziza. Uziya kabaka naba omugenge oku- 21
tusa ku lunaku kweyafira, nabera mu nyumba eyayawulibwa nga mugenge; kubanga yagyibwa ku nyumba ya Mukama: Yosamu mutabaniwe naba mukulu wenyumba ya kabaka, ngalamula abantu abomunsi. Era ebikolwa ebirala 22
byona ebya Uziya, ebyasoka nebyamalirwako, Isaya nabi mutabani wa Amozi nabiwandika. Awo Uziya neyebakira wamu ne bajajabe; ne- 23
bamuzika wamu ne bajajabe mu kibanja ekyokuzikamu ekya bakabaka; kubanga bayogera nti Mugenge: Yosamu mutabaniwe nafuga mu kifokye.

27

Yosamu yali yakamaze emyaka amakumi abiri 1
mwetano bweyatanula okufuga; nafugira emyaka kumi nomukaga mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali Yerusa muwala wa Zadoka. Nakola ebyo 2
ebyali mu maso ga Mukama ebirungi nga byona bwebyali kitawe Uziya byeyakola: era naye teyaingira mu yekalu ya Mukama. Abantu nebeyongera okukola ebyobukyamu. Nazimba olugi olwa 3
wagulu olwomunyumba ya Mukama, nazimba bingi 4
ku bugwe wa Oferi. Era nazimba ebibuga munsi eyensozi eya Yuda, ne mu kibira nazimbamu enkomera nebigo. Era nalwana ne kabaka wabana ba 5
Amoni nabawangula. Abana ba Amoni nebamuwa mu mwaka ogwo feza talanta kikumi nengano ebigero kakumi ne sairi kakumi. Era ebyenkana nebyo abana ba Amoni nebamusasula mu mwaka

6 ogwokubiri ne mu gwokusatu. Awo Yosamu na-
fuka owamanyi kubanga yatekateka amakuboge
7 mu maso ga Mukama Katondawe. Era ebikolwa
ebirala byona ebya Yosamu nentaloze zona nama-
kuboge, laba, byawandikibwa mu kitabo kya ba-
8 kabaka ba Isiraeri ne Yuda. Yali yakamaze
emyaka amakumi abiri mwetano bweyatanula
okufuga, nafugira emyaka kumi nomukaga mu
9 Yerusalemi. Yosamu neyebakira wamu ne baja-
jabe nebamuzika mu kibuga kya Daudi: Akazi
mutabaniwe nafuga mu kifokye.

28

1 Akazi yali yakamaze emyaka amakumi abiri
bweyatanula okufuga; nafugira emyaka kumi
nomukaga mu Yerusalemi, natakola ebyo ebyali
mu maso ga Mukama ebirungi nga Daudi kitawe:
2 naye natambulira mu makubo ga bakabaka ba
Isiraeri, era nakolera Babaali ebifananyi ebisa-
3 nuse. Era nate nayotereza obubane mu kiwonvu
kya mutabani wa Kinomu, nayokya abanabe mu
muliro ngemizizo gyabamawanga bwegyali Mu-
kama beyagoba mu maso gabana ba Isiraeri.
4 Nawerangayo nayoterezanga obubane ku bifo
ebigulumivu ne ku nsozi ne wansi wa buli muti
5 omubisi. Mukama Katondawe kyeyava amuga-
bula mu mukono gwa kabaka Webusuli; neba-
mukuba nebatwala ku babe ekibina ekinene ekya-
6 basibe. Era nagabulwa mu mukono gwa kabaka
wa Isiraeri, namukuba okuta okunene. Kubanga
Peka mutabani wa Lemaliya nata mu Yuda ku
lunaku lumu kasirivu mwobukumi bubiri, bona
basaja bazira; kubanga bali bamulese Mukama
7 Katonda wa bajaja babwe. Zikiri omusaja owa-
manyi owa Eferaimu nata Maaseya mutabani wa
kabaka ne Azirikamu sabakaki ne Erikana eyadi-

rira kabaka. Abana ba Isiraeri nebatwala nga 8
basibe ku baganda babwe obusirivu bubiri, aba-
kazi, abana abobulenzi nabobuwala, era nebaba-
gyako omunyago mungi, nebaleta omunyago
Samaliya. Naye nabi wa Mukama yali eyo eri- 9
nyalye Odeda: naye nafuluma okusisinkana negye
eryaja Samaliya, nabagamba nti Laba, kubanga
Mukama Katonda wa bajaja bamwe yasunguwa-
lira Yuda, kyavude abagabula mu mukono gwa-
mwe, era muba'si'za ekiruwi ekituse mu gulu.
Ne kakano mwagala okufuga abana ba Yuda ne 10
Yerusalemi, okuba gyemuli abadu nabazana: (na-
ye) namwe temuliko byonono byamwe mwe bye-
mwayonona Mukama Katonda wamwe? Kale 11
no mumpulire, muzeyo abasibe bemuwambye ku
baganda bamwe: kubanga ekiruwi ekikambwe
ekya Mukama kibaliko. Awo abamu ku mitwe 12
gyabana ba Eferaimu, Azaliya mutabani wa Yoka-
nani, Berakiya mutabani wa Mesiremosi, ne Yeki-
zikiya mutabani wa Salumu, ne Amasa mutabani
wa Kadalai nebaimirira okuziiza abo abava mu
ntalo, nebabagamba nti Temuingizanga wano 13
abasibe: kubanga mwagala ekyo ekirituletako
ekyonono eri Mukama okwongera ku bibi byafe
ne ku kwonona kwafe: kubanga okwonona kwafe
kunene, era waliwo ekiruwi ekikambwe eri Isi-
raeri. Awo abasaja abakute ebyokulwanyisa 14
nebaleka abasibe nomunyago mu maso gabakulu
nekibina kyona. Abasaja abatudwa amanya ga- 15
bwe nebagolokoka nebadira abasibe, nebambaza
bona abali obwerere mubo nomunyago, nebabawa
engoye, nengato, nebabalisa nebabanywesa neba-
basāba amafuta, nebasitulira ku ndogoi bona kubo
abanafu, nebabatusa Eyeriko ekibuga ekyenki-
ndu eri baganda babwe: awo nebalyoka badayo
Samaliya.

Mu biro ebyo kabaka Akazi natumira bakabaka 16
Bebwasuli okumubera. Kubanga Abedomu bāli 17

ba'ze olwokubiri nebakuba Yuda nebanyaga aba-
18 sibe. Era Nabafirisiti nebatabala ebibuga ebyomu-
nsenyi nebyomubukika obwadyo obwa Yuda, ne-
bamenya Besisemesi ne Ayaloni ne Gederosi ne
Soko nebibuga byako ne Timuna nebibuga byako,
Gimuzo nakyo nebibuga byako: nebabera omwo.
19 Kubanga Mukama natowaza Yuda olwa Akazi
kabaka wa Isiraeri; kubanga yali akoze ebyekyejo
20 mu Yuda nayonona nyo Mukama. Awo Tirigasi-
pirinesera kabaka Webwasuli naja gyali, namwe-
21 ralikiriza naye natamuwa amanyi. Kubanga
Akazi nagya ekitundu kyebintu mu nyumba ya
Mukama ne mu nyumba ya kabaka neyabakulu,
nakimuwa kabaka Webwasuli: naye nekitamu-
22 bera. Ne mu kisera mweyalabira enaku neyeyo-
ngera nate okusobya Mukama, oyo kabaka Akazi.
23 Kubanga nawayo sadaka eri bakatonda Bedamasi-
ko abamukuba: nayogera nti Kubanga bakatonda
ba bakabaka Bebusuli bababera kyenava mpayo
sadaka eri bo bambere. Naye nebamuzikiriza ne
24 Isiraeri yena. Akazi nakunganya ebintu ebyo-
munyumba ya Katonda, natematema ebintu ebyo-
munyumba ya Katonda, nagalawo enzigi zenyu-
mba ya Mukama; neyekolera ebyoto mu Yerusa-
25 lemi mu buli kafo. Ne mu buli kibuga kya
Yuda kina kimu nakolamu ebifo ebigulumivu
okwotereza obubane bakatonda abalala, nasungu-
26 waza Mukama Katonda wa bajajabe. Era ebiko-
lwabye ebirala byona namakuboge gona, ebya-
soka nebyamalirwako, laba, byawandikibwa mu
27 kitabo kya bakabaka ba Yuda ne Isiraeri. Akazi
neyebakira wamu ne bajajabe nebamuzika mu
kibuga, mu Yerusalemi; kubanga tebamuingiza
mu malalo ga bakabaka ba Isiraeri: Kezekiya
mutabaniwe nafuga mu kifokye.

29

KEZEKIYA yatanula okufuga nga yakamaze 1
emyaka amakumi abiri mwetano ; nafugira emya-
ka amakumi abiri mwomwenda mu Yerusalemi :
ne nyina erinyalye yali Abiya muwala wa Zekali-
ya. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebiru- 2
ngi nga byona bwebyali Daudi kitawe byeyakola.
Mu mwaka ogwoluberyeberye ogwokufugakwe 3
mu mwezi ogwoluberyeberye nagulawo enzigi
zenyumba ya Mukama nazidabiriza. Naingiza 4
bakabona Ňabalevi nabakunganyiza mu kifo eki-
gazi ku luwi olwebuvanjuba, nabagamba nti Mu- 5
mpulire, mwe Abalevi ; kakano mwetukuze, mu-
tukuze nenyumba ya Mukama Katonda wa bajaja
bamwe, mugyemu ebyobugwagwa mu kifo ekitu-
kuvu. Kubanga bajaja bafe basobya nebakola 6
ebyali mu maso ga Mukama Katonda wafe ebibi
nebamuleka nebakyusa amaso gabwe okuva eri
ekifo Mukama mwabera nebakuba amabega ga-
bwe. Era nebagalawo enzigi zekisasi, nebazikiza 7
etabaza, so tebotezanga bubane newakubade oku-
werayo ebiwebwayo ebyokebwa mu kifo ekituku-
vu eri Katonda wa Isiraeri. Obusungu bwa Mu- 8
kama kyebwava bubera ku Yuda ne Yerusalemi,
era abawadeyo okubayuganya eruwi neruwi, oku-
samalirirwa nokusozebwa, nga bwemulaba na-
maso gamwe. Kubanga, laba, bakitafe bagwa 9
nekitala ne batabani bafe ne bawala bafe ne
bakazi bafe kyebava babera mu busibe. Era 10
kiri mu mutima gwange okulagana endagano ne
Mukama Katonda wa Isiraeri, ekiruwikye ekika-
mbwe kikyuke kituveko. Bana bange, temute- 11
nguwanga no : kubanga Mukama abalonze oku-
imiriranga mu masoge okumuwerezanga, era mu-
bere abawerezabe, mwotezenga obubane.
Awo Abalevi nebalyoka bagolokoka, Makasi 12

mutabani wa Amasai, ne Yoeri mutabani wa Azaliya, abokubana ba Bakokasi: nabokubana ba Merali, Kisi mutabani wa Abudi, ne Azaliya mutabani wa Yekalereri: naboku Bageresoni, Yoa mutabani wa Zima, ne Edeni mutabani wa
13 Yoa: nabokubana ba Erizafani, Simiri ne Yeweri: nabokubana ba Asafu, Zekaliya ne Mataniya:
14 nabokubana ba Kemani, Yekueri ne Simei: na-
15 bokubana ba Yedusuni, Semaya ne Uzieri. Nebakunganya baganda babwe nebetukuza nebaingira ngekiragiro kya kabaka bwekyali olwekigambo kya Mukama, okulongosa enyumba ya
16 Mukama. Bakabona nebaingira mu luwi olwomunda olwenyumba ya Mukama okugirongosa, nebagyamu ebyobugwagwa byona byebalaba mu yekalu ya Mukama, nebabireta mu lugya olwenyumba ya Mukama. Abalevi nebabidira oku-
17 bifulumya ebweru eri akaga Kidironi. Era nebasokera ku (lunaku) olwoluberyeberye olwomwezi ogwoluberyeberye okutukuza, ne ku lunaku olwomwezi olwomunana nebatuka ku kisasi kya Mukama; nebatukuza enyumba ya Mukama mu naku munana: ne ku lunaku olwekumi nomukaga olwomwezi ogwoluberyeberye nebamalira
18 dala. Awo nebalyoka baingira eri Kezekiya kabaka munda (weriyumba) nebogera nti Tumaze okulongosa enyumba ya Mukama yona nekyoto ekiwerwako ebiwebwayo ebyokebwa, nebintu byakyo byona nemeza eyemigati egyokulaga ne-
19 bintu byayo byona. Era nate ebintu byona kabaka Akazi byeyasula bweyayonona nga yafuga, tubitegese netubitukuza; era, laba, biri mu maso gekyoto kya Mukama.
20 Awo Kezekiya kabaka nagolokoka mu makya, nakunganya abakulu bekibuga, nayambuka mu
21 nyumba ya Mukama. Nebaleta ente musanvu nendiga enume musanvu nabana bendiga musanvu nembuzi enume musanvu okuba ekiwebwayo

olwekibi olwobwakabaka nolwekigwa nolwa Yuda. Nalagira bakabona batabani ba Aloni okubiwerayo ku kyoto kya Mukama. Awo ne- 22
bata ente, bakabona nebatola omusai, nebagumansira ku kyoto: nebata embuzi enume, nebamansira omusai ku kyoto: nebata nabana bendiga, nebamansira omusai ku kyoto. Nebasembeza 23
embuzi enume okuba ekiwebwayo olwekibi mu maso ga kabaka nekibina; nebazitekako emikono: bakabona nebazita nebawayo ekiwebwayo olwe- 24
kibi nomusai gwazo ku kyoto, okutangirira Isiraeri yena: kubanga kabaka nalagira (okuwayo) ekiwebwayo ekyokebwa nekiwebwayo olwekibi olwa Isiraeri yena. Nateka Abalevi mu nyumba 25
ya Mukama nga balina ebitasa nentongoli nenanga, ngekiragiro kya Daudi bwekyali nekya Gada omulabi wa kabaka nekya Nasani nabi: kubanga ekiragiro kyava eri Mukama mu banabibe. Aba- 26
levi nebaimirira nga balina ebintu bya Daudi, ne bakabona nga balina amakondere. Kezekiya 27
nalagira okuwerayo ekiwebwayo ekyokebwa ku kyoto. Awo ekiwebwayo ekyokebwa bwekyatanula (okuwebwayo), era noluimba lwa Mukama nerutanula, namakondere wamu nebintu bya Daudi kabaka wa Isiraeri. Awo ekibina kyona 28
nebasinza, abaimbi nebaimba, nabafuwa amakondere nebafuwa; ebyo byona (nebyeyongera okubawo) okutusa ekiwebwayo ekyokebwa lwekyagwawo. Awo bwebamalira dala okuwayo, kabaka 29
ne bona abali bali awo naye nebavunama nebasinza. Era nate Kezekiya kabaka nabakulu nebala- 30
gira Abalevi okuimba okutendereza Mukama, mu bigambo bya Daudi nebya Asafu omulabi. Nebaimba okutendereza nesanyu nebavunama emitwe gyabwe nebasinza. Awo Kezekiya nadamu na- 31
yogera nti Kakano nga mwewonze eri Mukama, musembere mulete sadaka nebiwebwayo okwebaza mu nyumba ya Mukama. Ekibina nebaingiza sa-

daka nebiwebwayo okwebaza; ne bona abalina
omutima ogwagala (nebaleta) ebiwebwayo ebyoke-
32 bwa. Nomuwendo gwebiwebwayo ebyokebwa eki-
bina byebaleta gwali ente nsanvu, endiga enume
kikumi, nabana bendiga ebikumi bibiri: ebyo byo-
na byali bya kiwebwayo ekyokebwa eri Mukama.
33 Nebintu ebyawongebwa byali ente lukaga nendiga
34 enkumi satu. Naye bakabona nebainga obutono
nebatainza kubaga ebiwebwayo ebyokebwa byona:
baganda babwe Abalevi kyebava bababera okutusa
omulimu lwegwagwawo era okutusa bakabona
lwebamala okwetukuza: kubanga Abalevi basi-
nga bakabona okuba nomutima omugolokofu
35 okwetukuza. Era nebiwebwayo ebyokebwa byali
bingi nyo namasavu agebiwebwayo olwemire-
mbe nebiwebwayo ebyokunywa ebya buli kiwe-
36 bwayo ekyokebwa. Awo okuwereza okwomu-
nyumba ya Mukama nekutekebwatekebwa bwe-
kutyo. Awo Kezekiya nasanyuka nabantu bona
olwekyo Katonda kyeyategekera abantu: kubanga
ekigambo ekyo nebakikolera awo mangwago.

30

1 Awo Kezekiya natumira Isiraeri yena ne Yuda,
era nawandikira ebaluwa Eferaimu ne Manase,
baje mu nyumba ya Mukama mu Yerusalemi,
okukwata Okuitako eri Mukama Katonda wa
2 Isiraeri. Kubanga kabaka yali ateseza nabaku-
lube nekibina kyona ekyali mu Yerusalemi oku-
3 kwatira Okuitako mu mwezi ogwokubiri. Ku-
banga tebainza kukukwatira mu biro ebyo, kuba-
nga bakabona bali tebanaba kwetukuza abangi
abokumala, so nabantu nga tebanakunganira Eye-
4 rusalemi. Ekigambo ekyo nekiba kirungi mu
5 maso ga kabaka nekibina kyona. Awo nebasawo
eteka okulangira okubuna Isiraeri yena okuva

Ebeeriseba okutuka Edani, baje okukwata Okuitako eri Mukama Katonda wa Isiraeri Eyerusalemi: kubanga tebakukwatanga abangi enyo bwebatyo nga bwekyawandikibwa. Awo ababaka 6
nebagenda nga balina ebaluwa ezava eri kabaka nabakulube okubuna Isiraeri yona ne Yuda, era ngekiragiro kya kabaka bwekyali, nti Mwe abana ba Isiraeri, mukyukire nate Mukama Katonda wa Ibulaimu, Isaka, ne Isiraeri, akomewo eri ekitundu kyamwe ekifisewo ekiwonye mu mukono gwa bakabaka Bebwasuli. So temufanana bajaja 7
bamwe ne baganda bamwe abasobya Mukama Katonda wa bajaja babwe nokuwayo nabawayo eri okuzikirira nga bwemulaba. Kale mwe temu- 8
ba ba nsingo nkakanyavu nga bajaja bamwe bwebali; naye mweweyo eri Mukama, muingire mu kigwakye kyeyatukuza emirembe gyona, muwereze Mukama Katonda wamwe, ekiruwikye ekikambwe kikyuke kibaveko. Kubanga bwemuna- 9
kyukira nate Mukama, baganda bamwe nabana bamwe baliraba okusasirwa mu maso gabo ababatwala nga basibe, nebakomawo munsi eno: kubanga Mukama Katonda wamwe wa kisa, asasira, so talikyusa amasoge okubavako, mwe bwemunada gyali. Awo ababaka nebaita munsi ya 10
Eferaimu neya Manase nga babuna ebibuga nebatuka mu Zebuluni: naye nebabasekera nyo nebabadulira. Era naye abamu ku Aseri ne 11
Manase ne Zebuluni nebetowaza nebaja Eyerusalemi. Era ne mu Yuda nemuba omukono gwa 12
Katonda okubawa omutima gumu nokukola ekiragiro kya kabaka nekyabakulu olwekigambo kya Mukama. Awo abantu bangi nebakunganira 13
Eyerusalemi okukwata embaga eyemigati egitazimbulukuswa mu mwezi ogwokubiri, ekibina kinene nyo nyini. Nebagolokoka nebagyawo 14
ebyoto ebyali mu Yerusalemi nebyoto byona ebyobubane nebabigyawo, nebabisula mu kaga

15 Kidironi. Awo nebalyoka bata Okuitako ku
lunaku olwekumi nenya olwomwezi ogwokubi-
ri: bakabona Nabalevi nebakwatibwa ensonyi,
nebetukuza nebaleta ebiwebwayo ebyokebwa mu
16 nyumba ya Mukama. Nebaimirira mu kifo kya-
bwe nga bwebalagirwa ngamateka bwegali aga
Musa omusaja wa Katonda: bakabona nebama-
nsira omusai (gwebatolera) mu mukono Gwaba-
17 levi. Kubanga mu kibina mwalimu bangi abate-
tukuziza: Abalevi kyebava balagirwa omulimu
ogwokuta Okuitako olwa buli muntu atali mu-
18 longofu, okubatukuza eri Mukama. Kubanga
ku bantu bangi nyo nyini, bangi ku Eferaimu ne
Manase, Isakali ne Zebuluni, bali tebetukuziza,
naye nebamala galya Okuitako naye si nga bwe-
kyawandikibwa. Kubanga Kezekiya yali abasa-
bide ngayogera nti Mukama owekisa asonyiwe
19 buli muntu asimba omutimagwe okunonya Kato-
nda Mukama, Katonda wa bajajabe, newakubade
nga talongosebwa ngokunazibwa okwomukigwa
20 bwekuli. Awo Mukama nawulira Kezekiya,
21 nawonya abantu. Abana ba Isiraeri abali bali
awo Eyerusalemi nebakwatira embaga eyemigati
egitazimbulukuswa enaku musanvu nesanyu li-
ngi: Abalevi ne bakabona nebatendereza Mukama
buli lunaku, (nga baimba) nebintu ebivuga enyo
22 eri Mukama. Kezekiya nayogera ebigambo ebyo-
kusanyusa Nabalevi bona abalina amagezi (mu
kuwereza) Mukama. Awo nebalira enaku omu-
sanvu okumala embaga, nga bawayo sadaka ezebi-
webwayo olwemirembe, era nga batulira Mukama
23 Katonda wa bajaja babwe. Awo ekibina kyona
nebatesa ebigambo okukwata enaku musanvu
endala: nebakwata enaku musanvu (endala) ne-
24 sanyu. Kubanga Kezekiya kabaka wa Yuda na-
wa ekibina okuba ebiwebwayo ente lukumi ne-
ndiga kasanvu; nabakulu nebawa ekibina ente
lukumi nendiga kakumi: ne bakabona bangi

nyo nebetukuza. Ekibina kyona ekya Yuda wa- 25
mu ne bakabona Nabalevi nekibina kyona ekyava
mu Isiraeri nabagenyi abava munsi ya Isiraeri
nabatula mu Yuda nebasanyuka. Awo newaba 26
esanyu lingi mu Yerusalemi: kubanga okuva
mu biro bya Sulemani mutabani wa Daudi kaba-
ka wa Isiraeri tewabangawo ebifanana ebyo mu
Yerusalemi. Awo bakabona Abalevi nebagolo- 27
koka nebasabira abantu omukisa: edobozi lyabwe
neriwulirwa, okusaba kwabwe nekulinya mu kifo
ekitukuvu mwabera, mu gulu.

31

Awo ebyo byona bwebyagwa, Isiraeri yena 1
abali bali awo nebavayo nebagenda mu bibuga bya
Yuda, nebamenyamenya empagi, nebatematema
bāsera, nebamenyera dala ebifo ebigulumivu ne-
byoto mu Yuda yona ne Benyamini, era ne mu
Eferaimu ne Manase, okutusa lwebabizikiriza
byona. Awo abana ba Isiraeri bona nebadayo
buli muntu mu butakabwe, mu bibuga byabwe
bo. Awo Kezekiya nasawo empalo za bakabona 2
Nabalevi ngempalo zabwe bwezali, buli muntu
ngokuwerezakwe bwekwali, bakabona era Naba-
levi, olwebiwebwayo ebyokebwa nolwebiwebwayo
olwemirembe, okuwereza nokwebaza nokutende-
reza mu nzigi ezolusisira lwa Mukama. Era 3
(nasawo) omugabo gwa kabaka ogwokubintubye
olwebiwebwayo ebyokebwa, olwebiwebwayo eby-
okebwa ebyenkya nebyakawungezi, nebiwebwayo
ebya sabiti nebyemyezi egyakaboneka nebyemba-
ga ezalagirwa nga bwekyawandikibwa mu mateka
ga Mukama. Era nate nalagira abantu ababera 4
mu Yerusalemi okuwangayo omugabo gwa baka-
bona Nabalevi, beweyo eri amateka ga Mukama.
Awo eteka bweryalangirwa, amangwago abana ba 5

Isiraeri nebaleta bingi nyo ebiberyebeye ebyenga-
no nomwenge namafuta nomubisi gwenjuki nebi-
bala byona ebyomunimiro, nekitundu ekyekumi
6 ekyebintu byona nebakireta, bingi nyo. Abana
ba Isiraeri ne Yuda ababera mu bibuga bya
Yuda, era nabo nebaleta ekitundu ekyekumi
ekyente nendiga, nekitundu ekyekumi ekyebintu
ebyawongebwa ebyayawulirwa Mukama Katonda
7 wabwe, nebabituma entumo. Mu mwezi ogwo-
kusatu mwebatanulira okutandika entumo neba-
8 zimalira mu mwezi ogwomusanvu. Awo Keze-
kiya nabakulu bwebaja nebalaba entumo, nebe-
9 baza Mukama nabantube Isiraeri. Awo Kezekiya
nabuzagana ne bakabona Nabalevi ebyentumo.
10 Azaliya kabona omukulu owomunyumba ya
Zadoka namudamu nayogera nti (Abantu) kaso-
kede batanula okuleta ebitone mu nyumba ya
Mukama, nga tulya nga tukuta nga tulemerwa
dala: kubanga Mukama awade abantube omuki-
sa; nebyo ebifisewo bye bintu bino ebyenkanide
11 awo. Awo Kezekiya nalyoka alagira okutegeka
enju mu nyumba ya Mukama; nebazitegeka.
12 Nebaingiza ebitone nebitundu ebyekumi nebintu
ebyawongebwa, nobwesigwa: era Konaniya Omu-
levi ye yali omukulu wabwe, ne Simei muganda-
13 we ye yamudirira. Ne Yekieri, ne Azaziya, ne
Nakasi, ne Asakeri, ne Yerimosi, ne Yozabada, ne
Erieri, ne Isimakiya, ne Makasi, ne Benaya be
bali abalabirizi wansi womukono gwa Konaniya
ne Simei mugandawe olwekiragiro kya Kezekiya
kabaka ne Azaliya omukulu wenyumba ya Kato-
14 nda. Ne Kole mutabani wa Imuna Omulevi,
omugazi (womulyango) ogwebuvanjuba, ye yali
omukulu webyo byebawayo eri Katonda kubwa-
bwe, okugaba ebirabo bya Mukama nebintu ebi-
15 tukuvu enyo. Era wansi woyo Edeni ne Miniami-
ni ne Yesua ne Semaya, Amaliya ne Sekaniya,
mu bibuga bya bakabona, mu mulimu gwabwe

ogwalagirwa, okuwanga baganda babwe mu mpa-
lo, abakulu era nabato: obutasako abo ababalibwa 16
ngokuzalibwa kwabasaja bwekwali, abakamaze
emyaka esatu nokukirawo, buli eyaingira mu
nyumba ya Mukama, ngebyagwanira buli lunaku
bwebyali, olwokuwereza kwabwe mwebyo byeba-
lagirwa, ngempalo zabwe bwezali; nabo ababali- 17
bwa ngokuzalibwa kwabwe bwekwali ku bakabona
ngenyumba za bakitabwe bwezali, Nabalevi aba-
kamaze emyaka amakumi abiri nokukirawo,
mwebyo byebalagirwa ngempalo zabwe bwezali;
nabo ababalibwa ngokuzalibwa kwabwe bwekwali 18
ku bana babwe bona abato, abakazi babwe ne ba-
tabani babwe ne bawala babwe, okubuna ekibina
kyona: kubanga nebetukuza mu butukuvu mu
mulimu gwabwe ogwalagirwa: era olwa batabani 19
ba Aloni bakabona abali mu nimiro ezomubyalo
ebyebibuga byabwe, mu buli kibuga kina kimu,
mwalimu abasaja abayatulwa amanya gabwe oku-
wa emigabo abasaja bona abomubakabona nabo
bona ababalibwa ngokuzalibwa kwabwe bwekwa-
li mu Balevi. Era bwatyo Kezekiya bweyakola 20
ne mu Yuda yona; nakola ebyo ebyali mu maso
ga Mukama Katondawe ebirungi era ebyensonga
era ebyobwesigwa. Nomulimu gwona gweyata- 21
ndika mu kuwereza okwomunyumba ya Katonda
ne mu mateka ne mu biragiro okunonya Katondawe
nagukola nomutimagwe gwona, nalaba omukisa.

32

Awo oluvanyuma lwebyo nobwesigwa obwo 1
Senakeribu kabaka Webwasuli naja naingira mu
Yuda, nasisira okwolekera ebibuga ebiriko enko-
mera nalowoza okubyerira. Awo Kezekiya bweya- 2
laba nga Senakeribu aze, era ngamaliride okulwa-
na ne Yerusalemi, natesa nabakulube nabasajabe 3
abamanyi okuziba ama'zi agomunzizi ezali ebweru

4 wekibuga; nebamubera. Awo abantu bangi ne-
bakungana, nebaziba enzizi zona nakaga akaita
wakati munsi nga bogera nti Bakabaka Bebwa-
5 suli okuja nebasanga ama'zi mangi lwaki? Na-
guma omwoyo nazimba bugwe yena eyali ame-
nyese namugulumiza okwenkana nebigo, ne bu-
gwe omulala ebweru, nanyuweza Miro mu kibuga
kya Daudi, nakola ebyokulwanyisa nengabo
6 bingi nyo. Nasawo abami abalwanyi okufuga
abantu, nabakunganyiza gyali mu kifo ekigazi
awali wankaki wekibuga, nayogera nabo ebigambo
7 ebyokusanyusa nti Mube namanyi mugume
emyoyo, temutya so temukengentererwa olwa ka-
baka Webwasuli newakubade egye lyona eriri
naye: kubanga waliwo omukulu nafe okusinga
8 abali naye: wamu naye waliwo omukono ogwo-
mubiri; naye wamu nafe waliwo Mukama Kato-
nda wafe okutubera nokulwana entalo zafe.
Abantu nebanyuwerera ku bigambo bya Keze-
kiya kabaka wa Yuda.

9 Oluvanyuma lwebyo Senakeribu kabaka We-
bwasuli natuma abadube Eyerusalemi, [era yali
ngayolekede Lakisi namanyige gona wamu naye,]
eri Kezekiya kabaka wa Yuda neri Yuda yena
10 abali Eyerusalemi ngayogera nti Bwatyo bwayo-
gera Senakeribu kakaka Webwasuli nti Mwesiga
ki nokulinda nemulinda okuzingizibwa mu Ye-
11 rusalemi? Kezekiya tabasendasenda okubawayo
okufa enjala nenyonta ngayogera nti Mukama
Katonda wafe alituwonya mu mukono gwa ka-
12 baka Webwasuli? Kezekiya oyo siye yagyawo
ebifobye ebigulumivu nebyotobye, nalagira Yuda
ne Yerusalemi nti Munasinzizanga mu maso ge-
kyoto ekimu kyoka, era okwo kwemunayotererе-
13 zanga obubane? Temumanyi nze ne bajaja
bange byetwakola amawanga gona agomunsi? Ba-
katonda bamawanga agomunsi bainza nakatono
14 okuwonya ensi yabwe mu mukono gwange? Ka-

tonda ki ku bakatonda bona abamawanga gali bajaja bange geyazikiririza dala eyainza okuwonya abantube mu mukono gwange, Katonda wamwe ainze okubawonya mu mukono gwange? Kale 15
no Kezekiya aleme okubalimba newakubade okubasendasenda bwatyo, so temumukiriza: kubanga tewali katonda owegwanga lyona oba bwakabaka eyainza okuwonya abantube mu mukono gwange ne mu mukono gwa bajaja bange: kale okusinga enyo Katonda wamwe alibawonya atya mu mukono gwange? Abadube nebeyongera nate oku- 16
vuma Mukama Katonda nomuduwe Kezekiya. Era nawandika okuvola Mukama Katonda wa 17
Isiraeri nokumwogerako obubi nti Nga bakatonda bamawanga agomunsi abatawonya bantu babwe mu mukono gwange, bwatyo ne Katonda wa Kezekiya bwataliwonya bantube mu mukono gwange. Nebogerera wagulu nedobozi 18
dene mu lulimi Olwabayudaya eri abantu Abeyerusalemi abali ku bugwe okubatisa nokuberalikiriza; balyoke bamenye ekibuga. Nebo- 19
gera ku Katonda Oweyerusalemi nga bamufananya bakatonda abamawanga agomunsi, omulimu gwemikono gyabantu. Kezekiya kabaka ne Isaya 20
nabi mutabani wa Amozi nebasaba olwekigambo ekyo nebakaba eri egulu. Mukama natuma ma- 21
laika namalawo abasaja bona abamanyi abazira nabakulu nabami mu lusisira lwa kabaka Webwasuli. Awo nadayo munsiye amasoge nga gakwatidwa ensonyi. Awo bweyatuka mu nyumba ya katondawe, abo abava mu ntumbweze ye nebamutira eyo nekitala. Bwatyo Mukama bweya- 22
wonya Kezekiya nabo ababera mu Yerusalemi mu mukono gwa Senakeribu kabaka Webwasuli ne mu mukono gwabalala bona nabalungamya enjuwi zona. Awo bangi nebamuletera Mukama 23
ebirabo Eyerusalemi, nebintu ebyomuwendo omungi eri Kezekiya kabaka wa Yuda: nokugu-

lumizibwa nagulumizibwa mu maso gamawanga
gona okuva ku lunaku olwo.
24 Mu biro ebyo Kezekiya nalwala kumpi nokufa:
nasaba Mukama; nayogera naye namuwa akabo-
25 nero. Naye Kezekiya natasasula nate ngekisa
bwekyali kyeyakolwa; kubanga omutimagwe
negugulumizibwa: obusungu kyebwava bubera
26 kuye ne ku Yuda ne ku Yerusalemi. Era naye
Kezekiya neyetowaza olwamalala agomutimagwe,
ye nabo ababera mu Yerusalemi, obusungu bwa
Mukama nebutabatukako ku mirembe gya Keze-
27 kiya. Era Kezekiya yalina obugaga nekitibwa
kingi nyo nyini: neyefunira amawanika aga feza
naga zabu nagamainja agomuwendo omungi na-
gebyakalosa nagengabo nagebintu byona ebiru-
28 ngi; era nenyumba ezokuterekeramu omwaka
ogwengano nomwenge namafuta: nenyumba eze-
29 bisolo ebyengeri zona namagana mu bisibo. Era
neyefunira ebibuga nembuzi nente byeyalina
bingi nyo: kubanga Katonda yali amuwade
30 ebintu bingi nyo nyini. Oyo Kezekiya naziba
olu'zi olwa wagulu olwama'zi aga Gikoni, nagalu-
ngamya okugaserengeseza ku luwi olwebugwa-
njuba olwekibuga kya Daudi. Kezekiya nalaba
31 omukisa mu mirimugye gyona. Naye mu
(bigambo) byababaka ababakulu Bebabuloni
abamutumira okubuza ekyamagero ekyakolebwa
munsi, Katonda namuleka okumukema alyoke
32 ategere byona ebyali mu mutimagwe. Era ebi-
kolwa ebirala byona ebya Kezekiya nebirungi
byeyakola, laba, byawandikibwa mu kwolesebwa
kwa Isaya nabi mutabani wa Amozi, mu kitabo
33 kya bakabaka ba Yuda ne Isiraeri. Kezekiya
neyebakira wamu ne bajajabe nebamuzika awa-
linyirirwa mu malalo ga batabani ba Daudi:
Yuda yena nabo ababera mu Yerusalemi nebamu-
samu ekitibwa bweyafa. Manase mutabaniwe
nafuga mu kifokye.

33

MANASE yali yakamaze emyaka kumi nebiri bweyatanula okufuga; nafugira emyaka amakumi atano mwetano mu Yerusalemi. Nakola ebyali mu maso ga Mukama ebibi ngebyemizizo bwebiri ebyabamawanga Mukama beyagoba mu maso gabana ba Isiraeri. Kubanga nazimba nate ebifo ebigulumivu Kezekiya kitawe byeyamenyamenya; nasimbira Baali ebyoto nakola bāsera nasinza egye lyona eryomugulu naliwereza. Nazimba ebyoto mu nyumba ya Mukama Mukama gyeyagambako nti Mu Yerusalemi erinya lyange mweriribera emirembe gyona. Era nazimbira egye lyona eryomugulu ebyoto mumpya ebiri ezenyumba ya Mukama. Era naisa mu muliro abanabe mu kiwonvu ekya mutabani wa Kinomu, nalaguza ebire naba nebyobulogo nebyobuganga: nagendanga eri abo abaliko emizimu nabasawo: nakola obubi bungi mu maso ga Mukama okumusunguwaza. Nasimba ekifananyi ekyole ekyesanamu kyeyakola mu nyumba ya Katonda, Katonda gyeyagambako Daudi ne Sulemani mutabaniwe nti Mu nyumba eno ne mu Yerusalemi kyenerobozeza mu bika byona ebya Isiraeri wenditeka erinya lyange emirembe gyona: so sirijulula nate kigere kya Isiraeri okuva munsi gyenatekerawo bajaja bamwe; kyoka bwebanekumanga okukola byona byembalagide, amateka gona nebiragiro nemize mu mukono gwa Musa. Manase nawabya Yuda nabali mu Yerusalemi okukola nebakola ebibi okusinga amawanga bwegakolanga Mukama geyazikiriza mu maso gabana ba Isiraeri. Mukama nagamba Manase nabantube: naye nebatawulira. Mukama kyeyava abaletako abami begye lya kabaka Webwasuli, nebatwalira Manase mu njegere, nebamusiba namasamba, nebamutwala Ebabuloni. Awo bweyalaba enaku,

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12

namwegairira Mukama Katondawe neyetowaza
13 nyo mu maso ga Katonda wa bajajabe. Namusaba ; neyegairirwa ye nawulira okwegairirakwe namukomyawo Eyerusalemi mu bwakabakabwe. Awo Manase namanya Mukama nga ye Katonda.
14 Awo oluvanyuma lwebyo nazimba bugwe owebweru ku kibuga kya Daudi ku luwi lwa Gikoni olwebugwanjuba mu kiwonvu, okutuka awaingirirwa mu muzigo ogwebyenyanja ; neyetoloza Oferi nakigulumiza wagulu nyo nyini : nateka abami abazira mu bibuga byona ebya Yuda ebyaliko
15 enkomera. Nagyawo bakatonda abamawanga nekifananyi mu nyumba ya Mukama nebyoto byona byey aliazimbye ku lusozi olwenyumba ya Mukama ne mu Yerusalemi, nabisula ebweru we-
16 kibuga. Nazimba obugya ekyoto kya Mukama nawerayo okwo sadaka ezebiwebwayo olwemirembe nezokwebaza, nalagira Yuda okuwereza Mu-
17 kama Katonda wa Isiraeri. Naye abantu nga bakyawerayo sadaka ku bifo ebigulumivu, naye eri
18 Mukama Katonda wabwe yeka. Era ebikolwa ebirala byona ebya Manase nokusaba kweyasaba Katondawe nebigambo byabalabi abayogerera naye mu linya lya Mukama Katonda wa Isiraeri, laba, byawandikibwa mu bikolwa bya bakabaka
19 ba Isiraeri. Nokusabakwe era (Katonda) bweyegairirwa ye nokwononakwe kwona nokusobyakwe nebifo mweyazimbira ebifo ebigulumivu nasimba bāsera nebifananyi ebyole nga tanaba kwetowaza : laba, byawandikibwa mu bigambo bya
20 Kozai. Awo Manase neyebakira wamu ne bajajabe nebamuzika mu nyumbaye ye : Amoni mutabaniwe nafuga mu kifokye.
21 Amoni yali yakamaze emyaka amakumi abiri
22 mwebiri bweyatanula okufuga ; nafugira emyaka ebiri mu Yerusalemi. Nakola ebyo ebyali mu maso ga Mukama ebibi nga Manase kitawe bweyakola : Amoni nawayo sadaka eri ebifananyi ebyo-

le byona Manase kitawe byeyakola nabiwereza. Natetowaza mu maso ga Mukama nga Manase 23
kitawe bweyetowaza ; naye Amoni oyo neyeyongerayongera okusobya. Abadube nebamweko- 24
bana nebamutira mu nyumbaye ye. Naye aba- 25
ntu abomunsi nebata bona abamwekobana kabaka Amoni ; abantu abomunsi nebamufula Yosiya mutabaniwe kabaka mu kifokye.

34

Yosiya yali yakamaze emyaka munana bwe- 1
yatanula okufuga ; nafugira emyaka amakumi
asatu mu gumu mu Yerusalemi. Nakola ebyo 2
ebyali mu maso ga Mukama ebirungi natambulira mu makubo ga Daudi kitawe natakyukira ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono. Kubanga mu mwaka ogwomunana ogwokufuga- 3
kwe, ngakyali muto, natanula okunonya Katonda wa Daudi kitawe : ne mu mwaka ogwekumi nebiri mweyatanulira okulongosa Yuda ne Yerusalemi okumalamu ebifo ebigulumivu ne bāsera nebifananyi ebyole nebifananyi ebisanuse. Ne- 4
bamenyamenyera ebyoto bya Babaali mu maso ge ; nebifananyi byenjuba ebyali wagulu kubyo nabitematema ; ne bāsera nebifananyi ebyole nebifananyi ebisanuse nabimenyamenya nabifula enfufu nagimansira ku malalo (gabo) abābiwongeranga. Era nayokera amagumba ga bakabona 5
ku byoto byabwe, nalongosa Yuda ne Yerusalemi. Era (bwatyo bweyakola) ne mu bibuga 6
bya Manase ne Eferaimu ne Simeoni okutuka ku Nafutali mu matongo gabyo enjuwi zona. Na- 7
menyamenya ebyoto, nasekula bāsera nebifananyi ebyole nabifula enfufu, natematema ebifananyi byona ebyenjuba okubuna ensi yona eya Isiraeri, nakomawo Yerusalemi.

8 Awo mu mwaka ogwekumi nomunana ogwoku-
fugakwe bweyamala okulongosa ensi nenyumba,
natuma Safani mutabani wa Azaliya ne Maaseya
eyafuga ekibuga ne Yoa mutabani wa Yoakazi
omujukiza okudabiriza enyumba ya Mukama
9 Katondawe. Nebaja eri Kirikiya kabona omu-
kulu nebawayo efeza eyaletebwa mu nyumba ya
Katonda Abalevi abagazi gyebali basolozeza ku
mukono gwa Manase ne Eferaimu ne ku kitundu
kyona ekya Isiraeri ekifisewo ne ku Yuda yena
ne Benyamini ne kwabo ababera mu Yerusalemi.
10 Nebagiwayo mu mukono gwabakozi abalabiri-
ranga enyumba ya Mukama; abakozi abakola
omulimu mu nyumba ya Mukama nebagiwa
11 okulongosa nokudabiriza enyumba; bagiwa aba-
ba'zi nabazimbi, okugula amainja amabaje nemiti
egyokuyunga nokubaja emiti egyenyumba baka-
12 baka ba Yuda zebazikiriza. Abasaja nebakola
omulimu nobwesigwa: abalabirizi babwe be ba-
no, Yakasi ne Obadiya, Abalevi abokubatabani
ba Merali; ne Zekaliya ne Mesulamu, aboku-
batabani Babakokasi, okugikoza: (nabalala) ku
Balevi, bona abalina amagezi agebintu ebivuga.
13 Era balabirira abetisi bemigugu, nebakoza bona
abakola omulimu mu kuwereza okwengeri zona:
ne ku Balevi kwaliko abawandisi nabami naba-
14 gazi. Awo bwebagyamu efeza eyaletebwa mu
nyumba ya Mukama, Kirikiya kabona nalaba
ekitabo ekyamateka ga Mukama agawerwa mu
15 mukono gwa Musa. Awo Kirikiya nadamu na-
gamba Safani omuwandisi nti Ndabye ekitabo
ekyamateka mu nyumba ya Mukama. Kirikiya
16 namuwa Safani ekitabo. Awo Safani natwala
ekitabo eri kabaka, era namudiriza kabaka ebi-
gambo nti Byona abadubo byebalagirwa babikola.
17 Era bagyemu efeza ezasangibwa mu nyumba ya
Mukama nebaziwa mu mukono gwabalabirizi ne
18 mu mukono gwabakozi. Awo Safani omuwandisi

nabulira kabaka nti Kirikiya kabona ampade ekitabo. Safani nasoma omwo mu maso ga kabaka. Awo olwatuka kabaka bweyawulira ebi- 19
gambo ebyamateka nayuza ebyambalobye. Awo 20
kabaka nalagira Kirikiya ne Akikamu mutabani wa Safani ne Abudoni mutabani wa Mika ne Safani omuwandisi ne Asaya omudu wa kabaka ngayogera nti Mugende mumbulirize Mukama 21
nze nabo abasigade mu Isiraeri ne mu Yuda ebyebigambo ebyekitabo kino ekizawuse: kubanga obusungu bwa Mukama obufukidwa kufe bungi kubanga bajaja bafe tebakwata kigambo kya Mukama okukola nga byona bwebiri ebyawandikibwa mu kitabo kino. Awo Kirikiya 22
nabo kabaka (beyali alagide) nebagenda eri Kulida nabi omukazi muka Salumu mutabani wa Tokasi mutabani wa Kasira omuwanika webyambalo; [oyo yabera mu Yerusalemi mu luwi olwokubiri;] nebatesa naye bwebatyo. Awo na- 23
bagamba nti Bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Mumugambe omusaja abatumye gyendi nti Bwatyo bwayogera Mukama nti 24
Laba, ndireta obubi ku kifo kino ne kwabo abakiberamu, ebikolimo byona ebiwandikidwa mu kitabo kyebasomye mu maso ga kabaka wa Yuda: kubanga banvudeko nebokya obubane 25
eri bakatonda abalala bansunguwaze nemirimu gyona egyengalo zabwe; obusungu bwange kyebuvude bufukibwa ku kifo kino so tebulizikira. Naye kabaka wa Yuda abatumye okubuza Mu- 26
kama bwemutyo bwemuba mumugamba nti Bwatyo bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Olwebigambo byowulide, kubanga omutimagwo 27
gubade mugonvu newetowaza mu maso ga Katonda bwowulide ebigambobye ku kifo kino ne kwabo abakiberamu, newetowaza mu maso gange, noyuza ebyambalobyo nokaba amaziga mu maso gange; nange nkuwulide, bwayogera Mukama.

28 Laba, ndikukunganya eri bajajabo nokunganyizibwa mu ntanayo mirembe, so namasogo tegaliraba bubi bwona bwendireta ku kifo kino ne kwabo abakirimu. Nebamudiza kabaka ebigambo.
29 Awo kabaka natuma, nakunganyiza abakade
30 bona aba Yuda Nabeyerusalemi. Kabaka nayambuka mu nyumba ya Mukama, nabasaja bona aba Yuda ne bona abatula mu Yerusalemi ne bakabona Nabalevi nabantu bona, abakulu nabato: nasoma mu matu gabwe ebigambo byona ebyekitabo ekyendagano ekizawuse mu
31 nyumba ya Mukama. Kabaka naimirira mu kifokye, nalagana endagano mu maso ga Mukama okutambula okugoberera Mukama nokukwata amatekage nebyo byeyategeza nebiragirobye nomutimagwe gwona nememeye yona, okutukiriza ebigambo byendagano ebyawandikibwa mu ki-
32 tabo kino. Awo nawaliriza bona abalabika mu Yerusalemi ne Benyamini okugyesibira. Abo abali mu Yerusalemi nebakola ngendagano ya Katonda, Katonda wa bajaja babwe, bweyali.
33 Yosiya nagya emizizo gyona munsi zona ezabana ba Isiraeri, nawerezesa bona abalabika mu Isiraeri, okuwereza Mukama Katonda wabwe. Enakuze zona tebaleka kugoberera Mukama, Katonda wa bajaja babwe.

35

1 Awo Yosiya nakwata Okuitako eri Mukama mu Yerusalemi: nebata Okuitako ku (lunaku) olwekumi nenya olwomwezi ogwoluberyeberye.
2 Nateka bakabona mwebyo byebalagirwa nabagumya omwoyo olwokuwereza okwomunyumba
3 ya Mukama. Nagamba Abalevi abaigirizanga Isiraeri yena, abatukuvu eri Mukama, nti Mu-

teke esanduke entukuvu mu nyumba Sulemani mutabani wa Daudi kabaka wa Isiraeri gye-yazimba; tewakyabera mugugu ku bibegabega byamwe: muwereze no Mukama Katonda wa-mwe nabantube Isiraeri. Era mweteketeke nge- 4
nyumba za bakitamwe bweziri mu mpalo zamwe, ngekiwandiko bwekiri ekya Daudi kabaka wa Isiraeri nekiwandiko kya Sulemani mutabaniwe. Era muimirire mu kifo ekitukuvu ngenyumba 5
za bakitabwe eza baganda bamwe abana babantu bwezayawulibwa, era (wabewo eri buli muntu) omugabo ogwenyumba ya bakitabwe Eyabalevi. Era mute Okuitako mwetukuze mutekeretekere 6
baganda bamwe okukola ngekigambo kya Mukama bwekiri mu mukono gwa Musa. Awo 7
Yosiya nawa abana babantu ku mbuzi abana bendiga nabembuzi, zona ezebiwebwayo Ezokuitako eri bona abali eyo okuweza obukumi busatu, nente enkumi satu: ezo zali za ku bintu bya kabaka. Nabakulube nebawa abantu okuba 8
ekiwebwayo kubwabwe, eri bakabona Nabalevi. Kirikiya ne Zekaliya ne Yekieri, abafuga enyumba ya Katonda, nebawa bakabona olwebiwebwayo Ebyokuitako (ebisolo ebitono) enkumi biri mu lukaga nente ebikumi bisatu. Era Ko- 9
naniya ne Semaya ne Nesaneri, bagandabe, ne Kasabiya ne Yeyeri ne Yozabada, abakulu Babalevi, nebawa Abalevi olwebiwebwayo Ebyokuitako (ebisolo ebitono) enkumi tano nente ebikumi bitano. Bwekutyo okuwereza nekute- 10
kebwatekebwa, bakabona nebaimirira mu kifo kyabwe, Nabalevi mu mpalo zabwe ngekiragiro kya kabaka bwekyali. Nebata Okuitako, bakabo- 11
na nebamansira (omusai gwebatolera) mu mukono gwabwe, Abalevi nebazibaga. Nebagyayo ebiwe- 12
bwayo ebyokebwa, balyoke babawe ngenyumba za bakitabwe ezabana babantu bwezayawulibwa, okuwayo eri Mukama nga bwekyawandikibwa

mu kitabo kya Musa. Era bwebatyo bwebakola
13 ente. Nebokya Okuitako omuliro ngekiragiro
bwekyali: nebiwebwayo ebitukuvu nebabifumba
mu ntamu ne mu sufuliya ne mu nsaka, neba-
14 bitwala mangu eri abana bona ababantu. Awo
oluvanyuma nebetekeratekera boka ne bakabona;
kubanga bakabona batabani ba Aloni (tebalina
banga) olwokuwayo ebiwebwayo ebyokebwa na-
masavu okuzibya obude: Abalevi kyebava bete-
keratekera boka ne bakabona batabani ba Aloni.
15 Nabaimbi batabani ba Asafu bali mu kifo kya-
bwe, ngekiragiro kya Daudi bwekyali, ne Asafu
ne Kemani ne Yedusuni, omulabi wa kabaka;
nabagazi bali ku buli lugi: tebetaga kuva ku
kuwereza kwabwe, kubanga baganda babwe Aba-
16 levi nebabatekeratekera. Bwekutyo okuwereza
kwona okwa Mukama nekutekebwatekebwa ku
lunaku olwo okukwata Okuitako nokuwerayo
ebiwebwayo ebyokebwa ku kyoto kya Mukama
17 ngekiragiro kya kabaka Yosiya bwekyali. Abana
ba Isiraeri abali eyo nebakwata Okuitako mu
biro ebyo nembaga eyemigati egitazimbuluku-
18 swa, enaku musanvu. So tewabangawo Kuitako
okwafanana okwo okwakwatibwa mu Isiraeri
okuva ku biro bya Samuiri nabi; so tewaba-
ngawo ku bakabaka ba Isiraeri eyakwata Okui-
tako okufanana okwo Yosiya kweyakwata, ne
bakabona Nabalevi ne Yuda yena ne Isiraeri
19 abali eyo nabo abali mu Yerusalemi. Mu mwaka
ogwekumi nomunana ogwokufuga kwa Yosiya
mwebakwatira Okuitako okwo.
20 Awo oluvanyuma lwebyo byona Yosiya bwe-
yamala okutekateka yekalu, Neko kabaka We-
misiri natabala Kalakemisi mu kubo lya Firati:
21 Yosiya nafuluma okulwana naye. Naye natuma
ababaka eri ye ngayogera nti Tuvunana ki nze
nawe, gwe kabaka wa Yuda? sitabala gwe lero
wabula enyumba gyenwana nayo; era Katonda

andagide okwanguwa: va ku Katonda ali nange
aleme okukuzikiriza. Naye Yosiya nataganya 22
kukyusa amasoge okumuvako, naye neyekyusa
okulwana naye, natawulira bigambo bya Neko
ebyava eri akamwa ka Katonda, naja okulwana
mu kiwonvu kya Megido. Abalasi nebalasa 23
kabaka Yosiya; kabaka nagamba abadube nti
Munziyewo; kubanga nfumitidwa nyo. Awo 24
abadube nebamugya mu gali nebamuteka mu
galiye eyokubiri gyeyalina, nebamuleta Eyeru-
salemi; nafa nazikibwa mu malalo ga bajajabe.
Yuda yena ne Yerusalemi nebakabira Yosiya.
Ne Yeremiya nakungubagira Yosiya: nabasaja 25
bona abaimbi nabakazi abaimbi nebogera ku
Yosiya mu kukungubaga kwabwe ne lero; neba-
kufula eteka mu Isiraeri: era, laba, kwawandi-
kibwa mu kukungubaga. Era ebikolwa ebirala 26
byona eby'a Yosiya nebirungi byeyakola ngebyo
bwebiri ebyawandikibwa mu mateka ga Mukama,
nebikolwabye ebyasoka nebyamalirwako, laba, 27
byawandikibwa mu kitabo kya bakabaka ba
Isiraeri ne Yuda.

36

Awo abantu abomunsi nebadira Yekoakazi 1
mutabani wa Yosiya nebamufula kabaka mu kifo
kya kitawe mu Yerusalemi. Yoakazi yali ya- 2
kamaze emyaka amakumi abiri mwesatu bwe-
yatanula okufuga; nafugira emyezi esatu mu
Yerusalemi. Kabaka Wemisiri namugoba ku 3
ntebe Eyerusalemi, nawesa ensi talanta eza feza
kikumi ne talanta eya zabu. Kabaka Wemisiri 4
nafula Eriakimu mugandawe kabaka wa Yuda
ne Yerusalemi, nawanyisa erinyalye nalifula Ye-
koyakimu. Neko natwala Yoakazi mugandawe
namutwala Emisiri.

5 Yekoyakimu yali yakamaze emyaka amakumi
abiri mwetano bweyatanula okufuga; nafugira
emyaka kumi na gumu mu Yerusalemi: nakola
ebyo ebyali mu maso ga Mukama Katondawe ebi-
6 bi. Nebukadineza kabaka Webabuloni namuta-
bala, namusiba mu masamba okumutwala Ebabu-
7 loni. Era Nebukadineza natwala ku bintu ebyo-
munyumba ya Mukama Ebabuloni, nabiteka mu
8 yekaluye Ebabuloni. Era ebikolwa ebirala byona
ebya Yekoyakimu nemizizogye gyeyakola nebyo
ebyalabika muye, laba, byawandikibwa mu kitabo
kya bakabaka ba Isiraeri ne Yuda: Yekoyakini
mutabaniwe nafuga mu kifokye.

9 Yekoyakini yali yakamaze emyaka munana
bweyatanula okufuga; nafugira emyezi esatu ke-
naku kumi mu Yerusalemi: nakola ebyo ebya-
10 li mu maso ga Mukama ebibi. Awo omwaka
bwegwada kabaka Nebukadineza natuma namuleta
Ebabuloni wamu nebintu ebirungi ebyomunyu-
mba ya Mukama, nafula Zedekiya mugandawe
kabaka wa Yuda ne Yerusalemi.

11 Zedekiya yali yakamaze emyaka amakumi abiri
mu gumu bweyatanula okufuga; nafugira emya-
12 ka kumi nogumu mu Yerusalemi: nakola ebyo
ebyali mu maso ga Mukama Katondawe ebibi;
teyetowaza mu maso ga Yeremiya nabi (ngayoge-
13 ra) ebiva mu kamwa ka Mukama. Era najemera
kabaka Nebukadineza eyali amulaiza Katonda:
naye nakakanyaza ensingoye nakalubya omutima-
gwe obutakyukira Mukama Katonda wa Isiraeri.
14 Era nate abakulu bona aba bakabona nabantu ne-
basobya nyo okugoberera emizizo gyona egyaba-
mawanga; nebagwagwawaza enyumba ya Mukama
15 gyeyatukuza mu Yerusalemi. Mukama Katonda
wa bajaja babwe nabatumira mu babakabe, nga-
golokoka mu makya natuma; kubanga yasasira
16 abantube nekifo mwabera: naye nebadulira aba-
baka ba Katonda nebanyoma ebigambobye ne-

basekera banabibe okutusa obusungu bwa Mukama nebubawo eri abantube, newatabawo kuwona.
Kyeyava abaletako kabaka Wabakalidaya, nata 17
abalenzi babwe nekitala mu nyumba eyekigwa kyabwe, nebatasasira mulenzi newakubade omuwala, omukade newakubade akotakota: bona yabagabula mu mukonogwe. Nebintu byona ebyo- 18
munyumba ya Katonda, ebikulu nebito, nebyobugaga ebyomunyumba ya Mukama nebyobugaga bya kabaka nebyabakulube; ebyo byona nabireta Ebabuloni. Nebokya enyumba ya Katonda 19
nebamenyamenya bugwe Weyerusalemi, nebokya omuliro amayumba gamu gona, nebazikiriza ebintu byamu byona ebirungi. Nabo abali 20
bawonye ekitala nabatwala Ebabuloni; nebaba badu eri ye neri batabanibe okutusa okufuga kwobwakabaka Bwobuperesi: okutukiriza eki- 21
gambo kya Mukama mu kamwa ka Yeremiya okutusa ensi lweyasanyukira sabiti zayo: (kubanga) enaku zona zeyazikira yakuma sabiti, okuweza emyaka nsanvu.

Awo mu mwaka ogwoluberyeberye ogwa Kulo 22
kabaka Webuperesi, ekigambo kya Mukama mu kamwa ka Yeremiya kitukirire, Mukama nakubiriza omwoyo gwa Kulo kabaka Webuperesi, nokulangira nalangira okubuna obwakabakabwe bwona, nokuwandika nabiwandika ngayogera nti 23
Bwatyo bwayogera Kulo kabaka Webuperesi nti Obwakabaka bwona obwomunsi Mukama Katonda wegulu abumpade; era ankutide okumuzimbira enyumba mu Yerusalemi ekiri mu Yuda. Buli ali mumwe ku bantube bona, Mukama Katondawe abere naye, ayambuke.

EZERA.

1

1 Awo mu mwaka ogwoluberyeberye ogwa Kulo
kabaka Webuperesi, ekigambo kya Mukama mu
kamwa ka Yeremiya kitukirire, Mukama nakubi-
riza omwoyo gwa Kulo kabaka Webuperesi noku-
langira nalangira okubuna obwakabakabwe bwona,
2 nokuwandika nabiwandika ngayogera nti Bwa-
tyo bwayogera Kulo kabaka Webuperesi nti
Obwakabaka bwona obwomunsi Mukama Kato-
nda wegulu abumpade; era ankutide okumuzi-
mbira enyumba mu Yerusalemi ekiri mu Yuda.
3 Buli ali mumwe ku bantube bona, Katondawe
abere naye, ayambuke mu Yerusalemi ekiri mu
Yuda, azimbe enyumba ya Mukama Katonda wa
4 Isiraeri, [ye Katonda,] ali mu Yerusalemi. Era
buli asigade mu kifo kyona mwabera nga muge-
nyi, abasaja abomukifokye bamubere ne feza ne
zabu nebintu nebisolo, obutasako ekyo kyebawa-
yo kubwabwe ekyenyumba ya Katonda eri mu
5 Yerusalemi. Awo emitwe (gyenyumba) za baki-
tabwe eza Yuda ne Benyamini nebagolokoka, ne
bakabona Nabalevi, bona Katonda beyakubiririza
omwoyo gwabwe okwambuka okuzimba enyumba
6 ya Mukama eri mu Yerusalemi. Awo abo bona
ababetolode nebanyuweza emikono gyabwe nebi-

ntu ebya feza ne zabu nebintu nebisolo nebintu ebyomuwendo omungi obutasako ebyo byona byebawayo kubwabwe. Era Kulo kabaka nafu- 7
lumya ebintu ebyomunyumba ya Mukama Nebukadineza byeyagya mu Yerusalemi nabiteka mu nyumba ya bakatondabe : ebyo Kulo kabaka We- 8
buperesi nabifulumya mu mukono gwa Misiredasi omuwanika, nabibalira Sesibazala omukulu wa Yuda. Era guno gwe muwendo gwabyo : sawani 9
eza zabu amakumi asatu, sawani eza feza lukumi, obwambe amakumi abiri mwomwenda ; ebibya 10
ebya zabu amakumi asatu, ebibya ebya feza ebyomutindo ogwokubiri ebikumi bina mu kumi, nebintu ebirala lukumi. Ebintu byona ebya zabu 11
nebya feza byali enkumi tano mwebikumi bina. Ebyo byona Sesibazala yabigyayo nabireta, abobunyage bwebaletebwa okuva Ebabuloni nebatwalibwa Eyerusalemi.

2

Era bano be bana abomusaza, abayambuka 1
okuva mu busibe bwabo abatwalibwa, Nebukadineza kabaka Webabuloni beyatwala Ebabuloni, era abadayo Eyerusalemi ne Yuda, buli muntu mu kibuga kyewabwe ; abaja ne Zerubaberi, Ye- 2
sua, Nekemiya, Seraya, Leeraya, Molidekai, Birisani, Misipala, Bigavai, Lekumu, Baana. Omuwendo gwabasaja babantu ba Isiraeri : abana ba 3
Palosi, enkumi biri mu kikumi mwensanvu mu babiri. Abana ba Sefatiya, ebikumi bisatu mwe- 4
nsanvu mu babiri. Abana ba Ala, lusanvu mwe- 5
nsanvu mu batano. Abana ba Pakasimoabu, abo- 6
kubana ba Yesua (ne) Yoabu, enkumi biri mu lunana mu kumi mu babiri. Abana ba Eramu, 7
lukumi mwebikumi bibiri mwatano mu bana. Abana ba Zatu, lwenda mwana mu batano. 8

9, 10 Abana ba Zakai, lusanvu mwenkaga. Abana
11 ba Bani, lukaga mwana mu babiri. Abana ba
12 Bebai, lukaga mwabiri mu basatu. Abana ba
Azigada, lukumi mwebikumi bibiri mwabiri mu
13 babiri. Abana ba Adonikamu, lukaga mwenkaga
14 mu mukaga. Abana ba Bigavai, enkumi biri
15 mwatano mu mukaga. Abana ba Adini, ebikumi
16 bina mwatano mu bana. Abana ba Atera, aba
17 Kezekiya, kyenda mu munana. Abana ba Bezai,
18 ebikumi bisatu mwabiri mu basatu. Abana ba
19 Yola, kikumi mu kumi mu babiri. Abana ba
20 Kasumu, ebikumi bibiri mwabiri mu basatu. Aba-
21 na ba Gibala, kyenda mu batano. Abana ba Besi-
22 rekemu, kikumi mwabiri mu basatu. Abasaja
23 Benetofa, amakumi atano mu mukaga. Abasaja
24 Beyanasosi, kikumi mwabiri mu munana. Abana
25 ba Azimavesi, amakumi ana mu babiri. Abana
ba Kiriasialimu, Kefira ne Beerosi, lusanvu mwa-
26 na mu basatu. Abana ba Lama ne Geba, lukaga
27 mwabiri mwomu. Abasaja Bemikamasi, kikumi
28 mwabiri mu babiri. Abasaja Bebeseri ne Ai, ebi-
29 kumi bibiri mwabiri mu basatu. Abana ba
30 Nebo, amakumi atano mu babiri. Abana ba
31 Magabisi, kikumi mwatano mu mukaga. Abana
ba Eramu omulala, lukumi mwebikumi bibiri
32 mwatano mu bana. Abana ba Kalimu, ebikumi
33 bisatu mwabiri. Abana ba Loda, Kadida, ne Ono,
34 lusanvu mwabiri mu batano. Abana Beyeriko,
35 ebikumi bisatu mwana mu batano. Abana ba
36 Senaa, enkumi satu mu lukaga mwasatu. Baka-
bona : abana ba Yedaya, abomunyumba ya Yesua,
37 lwenda mwensanvu mu basatu. Abana ba Imera,
38 lukumi mwatano mu babiri. Abana ba Pasula,
lukumi mwebikumi bibiri mwana mu musanvu.
39 Abana ba Kalimu, lukumi mu kumi mu musa-
40 nvu. Abalevi : abana ba Yesua ne Kadamieri,
41 abokubana ba Kodaviya, nsanvu mu bana. Aba-
imbi : abana ba Asafu, kikumi mwabiri ma

munana. Abana babagazi: abana ba Salumu, 42
abana ba Atera, abana ba Talimoni, abana ba
Akubu, abana ma Katita, abana ba Sobai, bona
kikumi mwasatu mu mwenda. Abanesinimu: 43
abana ba Zika, abana ba Kasufa, abana ba Taba-
osi: abana ba Kerosi, abana ba Siaka, abana ba 44
Padoni: abana ba Lebana, abana ba Kagaba, 45
abana ba Akubu; abana ba Kagabu, abana ba 46
Samulai, abana ba Kanani; abana ba Gideri, 47
abana ba Gakala, abana ba Leaya; abana ba 48
Lezini, abana ba Nekoda, abana ba Gazamu;
abana ba Uza, abana ba Pasea, abana ba Besai; 49
abana ba Asina, abana ba Meunimu, abana ba 50
Nefisimu; abana ba Bakabuka, abana ba Kakufa, 51
abana ba Kalakula; abana ba Bazirusi, abana ba 52
Mekida, abana ba Kalisa; abana ba Balikosi, 53
abana ba Sisera, abana ba Tema; abana ba Neziya, 54
abana ba Katifa. Abana babadu ba Sulemani: 55
abana ba Sotai, abana ba Kasoferesi, abana ba
Peruda; abana ba Yaala, abana ba Dalakoni, 56
abana ba Gideri; abana ba Sefatiya, abana ba 57
Katiri, abana ba Pokeresikazebaimu, abana ba
Ami. Abanesinimu bona nabana babadu ba 58
Sulemani bāli ebikumi bisatu mwekyenda mu
babiri. Era bano be bāyambuka okuva Eterime- 59
ra, Eterikalisa, Ekerubu, Eyadani, ne Imera:
naye nebatainza kulaga nyumba za bakitabwe
nokuzalibwa kwabwe obanga ba Isiraeri: abana 60
ba Deraya, abana ba Tobiya, abana ba Nekoda,
lukaga mwatano mu babiri. Ne ku bana ba 61
bakabona: abana ba Kabaya, abana ba Kakozi,
abana ba Balazirai eyawasa omukazi ku bawala
ba Balazirai Omugireada, natumibwa ngerinya
lyabwe bweryali. Abo nebanonya amanya gabwe 62
mwabo ababalibwa ngokuzalibwa kwabwe bwe-
kwali, naye nebatalabika: kyebava bababola ne-
babagoba mu bwakabona. Tirisasa nabagamba 63
balemenga okulya ku bintu ebitukuvu enyo

okutusa lwewalibawo kabona alina Ulimu ne
64 Sumimu. Ekibina kyona okugata kyali obu-
kumi buna mwenkumi biri mwebikumi bisatu
65 mwenkaga, obutasako badu babwe nabazana ba-
bwe, omuwendo gwabwe kasanvu mwebikumi
bisatu mwasatu mu musanvu : era balina abasaja
66 abaimbi nabakazi abaimbi ebikumi bibiri. Ĕ-
mbalasi zabwe zali lusanvu mwasatu mu mukaga;
enyumbu zabwe ebikumi bibiri mwana mu tano;
67 engamira zabwe ebikumi bina mwasatu mu tano;
endogoi (zabwe) kakaga mu lusanvu mwabiri.
68 Awo abamu ku mitwe (gyenyumba) za bakita-
bwe bwebaja mu nyumba ya Mukama eri mu
Yerusalemi nebawayo kubwabwe olwenyumba ya
69 Katonda okugisimba mu kifo kyayo : nebawa
ngobuinza bwabwe bwebwali mu gwanika eryo-
mulimu daliki obukumi mukaga mu lukumi eza
zabu, ne lateri eza feza enkumi tano, nebyambalo
70 bya bakabona kikumi. Awo bakabona Ñabalevi
nabamu ku bantu nabaimbi nabagazi Nabanesini-
mu nebabera mu bibuga byabwe ne Isiraeri yena
mu bibuga byabwe.

3

1 Awo omwezi ogwomusanvu bwegwatuka, abana
ba Isiraeri nga bali mu bibuga, abantu nebaku-
2 nganira Eyerusalemi ngomuntu omu. Awo
Yesua mutabani wa Yozadaka naimirira, ne ba-
gandabe bakabona, ne Zerubaberi mutabani wa
Sealitieri, ne bagandabe, nebazimba ekyoto kya
Katonda wa Isiraeri okuwerayo okwo ebiwebwayo
ebyokebwa, nga bwekyawandikibwa mu mateka
3 ga Musa omusaja wa Katonda. Nebasimba ekyo-
to ku ntebe yayo; kubanga entisa yabaliko olwa-
bantu abomunsi: nebawerayo okwo ebiwebwayo
ebyokebwa eri Mukama, ebiwebwayo ebyokebwa

enkya nakawungezi. Nebakwata embaga eyensisira nga bwekyawandikibwa (nebawayo) ebiwebwayo ebyokebwa ebya buli lunaku ngomuwendo gwabyo bwegwali, ngekiragiro bwekyali, ngebyagwanira buli lunaku bwebyali; noluvanyuma ekiwebwayo ekyokebwa ekyemirembe gyona, (nebiwebwayo) ebyemyezi egyakaboneka, nebyembaga zona eza Mukama ezalagirwa, nebya buli muntu eyawayo ngayagade ekiwebwayo kububwe eri Mukama. Ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi ogwomusanvu kwebasokera okuwayo ebiwebwayo ebyokebwa eri Mukama: naye emisingi gyeyekalu ya Mukama nga teginaba kusibwawo. Era nebawa abazimbi nababa'zi efeza; nebyokulya nebyokunywa namafuta (nebabiwa) Abesidoni Nabetulo, okugya emivule ku Lebanoni okugireta ku nyanja Eyopa nga Kulo kabaka Webuperesi bweyabalagira.

Awo mu mwaka ogwokubiri kasokede baja eri enyumba ya Katonda Eyerusalemi, mu mwezi ogwokubiri, Zerubaberi mutabani wa Sealitieri mweyasokera ne Yesua mutabani wa Yozadaka ne baganda babwe abalala bakabona Nabalevi nabo abali bavude mu busibe obwo nebaja Eyerusalemi; nebalagira Abalevi abakamaze emyaka amakumi asatu nokukirawo okulabirira omulimu ogwomunyumba ya Mukama. Awo Yesua naimirira ne batabanibe ne bagandabe, Kadamieri ne batabanibe, batabani ba Yuda, wamu okulabirira abakozi mu nyumba ya Katonda: batabani ba Kenadada ne batabani babwe ne baganda babwe Abalevi. Awo abazimbi bwebasawo emisingi gyeyekalu ya Mukama, nebateka bakabona nga bambade ebyambalo byabwe nga balina amakondere, Nabalevi batabani ba Asafu nga balina ebitasa, okutendereza Mukama, nga Daudi kabaka wa Isiraeri bweyatekateka. Nebaimbiragana nga batendereza nga bebaza Mu-

4 5 6 7 8 9 10 11

kama (nga bogera) nti Kubanga mulungi, nokusasirakwe (kuberera) emirembe gyona eri Isiraeri. Abantu bona nebogerera wagulu nedobozi dene bwebatendereza Mukama, kubanga emisingi gye-
12 nyumba ya Mukama gisibwawo. Naye bangi ku bakabona Nabalevi nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe, abakade abalaba enyumba eyasoka, emisingi gyenyumba eno bwegyasibwawo mu maso gabwe, nebakaba amaziga nedobozi dene; bangi
13 nebogerera wagulu nesanyu: abantu nokuinza nebatainza kwawula dobozi lya kwogerera wagulu nesanyu nedobozi eryokukaba kwabantu: kubanga abantu nebogerera wagulu nedobozi dene, oluyogano neruwulirirwa wala.

4

1 Awo abalabe ba Yuda ne Benyamini bwebawulira ngabana bobusibe bazimbira yekalu Muka-
2 ma Katonda wa Isiraeri; nebalyoka basemberera Zerubaberi nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe nebabagamba nti Katuzimbire wamu namwe: kubanga tunonya Katonda wamwe era nga namwe; era tuwayo sadaka eri ye okuva ku mirembe gya Esalakadoni kabaka Webwasuli eyatulinyisa wano.
3 Naye Zerubaberi ne Yesua nemitwe (gyenyumba) za bakitabwe eza Isiraeri abalala nebabagamba nti Temulina kigambo nafe okuzimba enyumba eri Katonda wafe; naye fe feka wamu tulizimba eri Mukama Katonda wa Isiraeri nga kabaka Kulo
4 kabaka Webuperesi bweyatulagira. Awo abantu abomunsi nebanafuya emikono gyabantu ba Yuda
5 nebabateganya mu kuzimba, nebagulirira abokusala amagezi okubaziiza oku'ta okutesa kwabwe emirembe gyona egya Kulo kabaka Webuperesi
6 okutusa Dalio kabaka Webuperesi lweyalya. Ne ku mirembe gya Akasuero nga kyajalye nebawandika okulopa abali mu Yuda ne Yerusalemi.

Ku mirembe gya Alitagizeregizi Bisiramu na- 7
wandika ne Misiredasi ne Tabeeri ne bane abalala
eri Alitagizeregizi kabaka Webuperesi: era eba-
luwa yawandikirwa mu (nukuta) Ezekisuli, ne
mu (lulimi) Olusuli. Lekumu owesaza ne Simu- 8
sai omuwandisi nebawandika ebaluwa eri Alita-
gizeregizi kabaka okulopa Yerusalemi bwebati:
awo Lekumu owesaza ne Simusai omuwandisi ne 9
banabwe abalala (nebawandika); Abadinai Naba-
falasasiki Nabatalaperi Nabafalasi Nabalakevi Na-
bababuloni Nabasusani Nabadekai Naberamu, na- 10
mawanga gona amalala Osinapala omukulu owe-
kitibwa geyasomosa nateka mu kibuga Kyesama-
liya ne (munsi) endala eri emitala womuga, nebi-
rala bwebityo. Ebaluwa eno egyidwa mu baluwa 11
gyebawereza Alitagizeregizi kabaka; Abadubo
abasaja abali emitala womuga nebirala bwebityo.
Kabaka ategere nga Abayudaya abava gyoli ne- 12
bambuka batuse gyetuli Eyerusalemi; bazimba
ekibuga ekyo ekijemu ekibi, era bamaze bugwe,
era bamaze okudabiriza emisingi. Kabaka no 13
ategere ekibuga ekyo bwekirizimbibwa ne bugwe
bwaligwa okukola nga tebaliwa musolo, ebisali-
bwa, newakubade empoza, awo enkomerero baka-
baka balifirwa. Awo kubanga tulya omunyo 14
ogwomulubiri, so tetugwana kulaba kabaka nga-
nyomebwa, kyetwava tutuma netutegeza kabaka;
banonye mu kitabo ekyokujukiza ekya bajajabo: 15
bwotyo bwolisanga mu kitabo ekyokujukiza, note-
gera ngekibuga ekyo kibuga kijemu, era nga kyo-
nona bakabaka namasaza era nga bajemya abantu
mwekyo mu biro ebyeda: ekibuga ekyo kye-
kyava kizikirizibwa. Tutegeza kabaka, ekibuga 16
ekyo bwekirizimbibwa ne bugwe bwaligwa oku-
kola, nga olwekyo toliba na kitundu emitala wo-
muga. (Awo) kabaka natumira Lekumu owesaza 17
ne Simusai omuwandisi ne banabwe abalala abali
mu Samaliya ne (munsi) endala eri emitala wo-

muga nadamu nti Emirembe nebirala bwebityo.
18 Ebaluwa gyemwatuwereza esomedwa mu maso
19 gange nengitegera. Nenteka eteka, nebanonya,
era balabye ngekibuga ekyo okuva mu biro ebyeda
kyasaliranga bakabaka enkwe, nobujemu nekyejo
20 byakolerwanga omwo. Era wabangawo bakabaka
abamanyi abākulira Yerusalemi abāfuga (ensi) yona
eri emitala womuga; era bawebwanga omusolo,
21 ebisalirwa, nempoza. Muteke no eteka abasaja
bano balekewo, ekibuga ekyo kireme okuzimbibwa
22 okutusa eteka lweriritekebwa nze. Era mwe-
kume muleme okutenguwa mu kino: akabi ka-
23 ndikulide ki bakabaka nebafirwa? Awo ebaluwa
egyidwa mu baluwa ya kabaka Alitagizeregizi
bweyasomerwa mu maso ga Lekumu ne Simusai
omuwandisi ne banabwe, nebalyoka banguwa ne-
bagenda Eyerusalemi eri Abayudaya, nebabaleke-
24 sayo namanyi namawagali. Awo omulimu ogwo-
munyumba ya Katonda eri mu Yerusalemi negu-
lekebwawo; gwalekebwawo okutusa omwaka
ogwokubiri ogwokufuga kwa Dalio kabaka We-
buperesi.

5

1 Awo banabi, Kagai nabi ne Zekaliya muta-
bani wa Ido, nebalagulira Abayudaya abali
mu Yuda ne Yerusalemi; mu linya lya Katonda
2 wa Isiraeri mwebabalagulirira. Awo Zerubaberi
mutabani wa Sealitieri nagolokoka ne Yesua
mutabani wa Yozadaka, nebatanula okuzimba
enyumba ya Katonda, eri mu Yerusalemi: era
wamu nabo waliwo banabi ba Katonda nga baba-
3 bera. Mu biro ebyo newaja gyebali Tatenai owe-
saza lyemitala womuga ne Sesalabozenai ne ba-
nabwe nebabagamba bwebatyo nti Ani eyabawa
eteka okuzimba enyumba eno nokumala bugwe
4 ono? Awo netubagamba bwetutyo nti Abasaja

abakola enyumba eno amanya gabwe bani? Naye 5
amaso ga Katonda wabwe gali ku bakade Babayudaya, nebatabalekesayo okutusa ekigambo lwekirituka eri Dalio ebyokudamu nebi'zibwa mu baluwa olwekigambo ekyo.

Ebaluwa egyidwa mu baluwa Tatenai owesaza 6
lyemitala womuga ne Sesalabozenai ne bane, Abafalasaki, abali emitala womuga, gyebawereza Dalio kabaka: nebamuwereza ebaluwa eyawandi- 7
kibwamu eti nti Eri Dalio kabaka mirembe myererere. Kabaka ategere nga twaja mu saza lya Yuda 8
mu nyumba ya Katonda omukulu ezimbibwa namainja amanene, era emiti gitekebwa mu bisenge, nomulimu guno gugenda nga gweyongera nokunyikira mu mikono gyabwe. Awo netubuza aba- 9
kade abo netubagamba bwetutyo nti Ani eyabawa eteka okuzimba enyumba eno nokumala bugwe ono? Era netubabuza namanya gabwe, okukutege- 10
za, tuwandike amanya gabasaja ababakulira. Awo 11
nebadamu bwebatyo nti Tuli badu ba Katonda wegulu nensi, era tuzimba enyumba eyazimbibwa eda emyaka giri mingi, kabaka wa Isiraeri omukulu gyeyazimba namala. Naye oluvanyuma 12
bajaja bafe bwebali basunguwaziza Katonda wegulu, nabagabula mu mukono gwe Nebukadineza kabaka Webabuloni Omukalidaya, eyazikiriza enyumba eno natwala abantu Ebabuloni. Naye 13
mu mwaka ogwoluberyeberye ogwa Kulo kabaka Webabuloni, Kulo kabaka nateka eteka okuzimba enyumba eno eya Katonda. Era nebintu ebyo- 14
munyumba ya Katonda ebya zabu nebya feza, Webukadineza byeyagya mu yekalu eyali mu Yerusalemi nabireta mu yekalu Eyebabuloni, ebyo Kulo kabaka nabigya mu yekalu Eyebabuloni, nebabiwa omuntu erinyalye Sesibazala gweyali afude owesaza; namugamba nti Twala ebintu 15
bino, ogende, obiteke mu yekalu eri mu Yerusalemi, enyumba ya Katonda ezimbibwe mu kifo kyayo.

16 Awo Sesibazala oyo naja nasawo emisingi gyenyumba ya Katonda eri mu Yerusalemi: awo okuva ku biro ebyo na buli kati nga bagizimba, era naye
17 tenaba kugwa. Kale no obanga kabaka asima bananye mu gwanika lya kabaka eriri eyo Ebabuloni, obanga bwebiri bwebityo, ngeteka lyatekebwa erya Kulo kabaka okuzimba enyumba eno eya Katonda Eyerusalemi, kabaka atutumire atutugeze bwanasima mu kigambo kino.

6

1 Awo Dalio kabaka nalyoka ateka eteka, nebananonya mu nyumba eterekerwamu ebitabo ebyo-
2 bugaga gyebyaterekerwa mu Babuloni. Nebalabira Eyakamesa mu lubiri oluli mu saza Eryobumedi omusingo, ogwawandikibwamu bwegutyo
3 okuba ekijukizo nti Mu mwaka ogwoluberyeberye ogwa Kulo kabaka, Kulo kabaka nateka eteka; olwenyumba ya Katonda eri Eyerusalemi, enyumba ezimbibwe, ekifo mwebawerayo sadaka, nemisingi gyayo gisibwewo ginyuwezebwe; obugulumivu bwayo emikono nkaga, nobugazi bwayo
4 emikono nkaga; nembu satu ezamainja amanene nolubu olwemiti emigya: era ebintu byebalifirwa
5 bigyibwe mu nyumba ya kabaka: era nate ebintu ebyomunyumba ya Katonda ebya zabu nebya feza Nebukadineza byeyagya mu yekalu eri Eyerusalemi, nabireta Ebabuloni, bizibweyo biretebwe nate mu yekalu eri Eyerusalemi, kina kimu mu kifo kyakyo, era olibiteka mu nyumba ya Ka-
6 tonda. Kale no, Tatenai owesaza eryemitala womuga, Sesalabozenai, ne banamwe Abafalasaki
7 abali emitala womuga, mwesambe wala: muleke omulimu ogwomunyumba eno eya Katonda; owesaza owomu Bayudaya nabakade Babayudaya bazimbe enyumba eno eya Katonda mu kifo

kyayo. Era nate nteka eteka kyemuba mukola 8
abakade bano Ababayudaya olwokuzimba enyumba ya Katonda eno : bagye ku bintu bya kabaka ku musolo ogwemitala womuga babawe abasaja bano byebalifirwa nokunyikira kwona, baleme okuziizibwa. Nebyo byebalyetaga, ente ento era 9
nendiga enume nabana bendiga okuba ebiwebwayo ebyokebwa eri Katonda wegulu, engano, omunyo, omwenge, namafuta, ngekigambo bwekiriba ekya bakabona abali Eyerusalemi, bawebwenga buli lunaku obutayosa : bawengayo sadaka ezevu- 10
mbe edungi eri Katonda wegulu, era basabire obulamu bwa kabaka nobwa batabanibe. Era ntese 11
eteka buli aliwanyisa ekigambo kino, omuti gugyibwe mu nyumbaye, era asitulibwe asibibwe okwo ; nenyumbaye efulibwe olubungo olwekyo : era 12
Katonda eyabesayo erinyalye asule bakabaka bona namawanga abaligolola emikono gyabwe okuwanyisa (ekyo), okuzikiriza enyumba eno eya Katonda eri Eyerusalemi. Nze Dalio ntese eteka ; likolebwe nokunyikira kwona.

Awo Tatenai owesaza eryemitala womuga, Sesa- 13
labozenai, ne banabwe, kubanga Dalio kabaka atumye, nebakola bwebatyo nokunyikira kwona. Awo abakade Babayudaya nebazimba nebalaba 14
omukisa olwokulagula kwa Kagai nabi ne Zekaliya mutabani wa Ido. Nebazimba nebagimala ngekiragiro bwekyali ekya Katonda wa Isiraeri, era nekiragiro kya Kulo ne Dalio ne Alitagizeregizi kabaka Webuperesi. Awo enyumba eno ne- 15
malirwa ku lunaku olwokusatu olwomwezi Adala, ogwomumwaka ogwomukaga ogwokufuga kwa Dalio kabaka. Awo abana ba Isiraeri, bakabona 16
Nabalevi, nabana bobusibe abalala, nebakwata nesanyu (embaga) eyokuwonga enyumba eno eya Katonda. Nebawerayo mu kuwonga enyumba 17
eno eya Katonda ente kikumi, endiga enume ebikumi bibiri, abana bendiga ebikumi bina ; nokuba

ekiwebwayo olwekibi ekya Isiraeri yena, embuzi enume kumi nebiri ngomuwendo bwegwali ogwe-
18 bika bya Isiraeri. Nebateka bakabona nga bwebagerekwa, Nabalevi mu mpalo zabwe, olwokuwereza Katonda ali Eyerusalemi ; nga bwekyawandikibwa mu kitabo kya Musa.
19 Awo abana bobusibe nebakwatira Okuitako ku lunaku olwekumi nenya olwomwezi ogwolu-
20 beryeberye. Kubanga bakabona Nabalevi bali berongoseza wamu ; bona bali balongofu : nebatira Okuitako abana bona abobusibe ne ba-
21 ganda babwe bakabona nabo be nyini. Awo abana ba Isiraeri abali bakomyewo okuva mu busibe nabo bona abali beyawude gyebali okuva mu bugwagwa bwabanagwanga abomunsi okuno-
22 nya Mukama Katonda wa Isiraeri, nebalya nebakwatira embaga eyemigati egitazimbulukuswa nesanyu enaku kumi nomusanvu : kubanga Mukama yali abasanyusiza, eri yali akyusiza omutima gwa kabaka Webwasuli gyebali, okunyuweza emikono gyabwe mu mulimu ogwomunyumba ya Katonda, Katonda wa Isiraeri.

7

1 Awo oluvanyuma lwebyo ku mirembe gya Alitagizeregizi kabaka Webuperesi Ezera mutabani wa Seraya mutabani wa Azaliya mutabani wa
2 Kirikiya mutabani wa Salumu mutabani wa
3 Zadoka mutabani wa Akitubu mutabani we Amaliya mutabani wa Azaliya mutabani wa
4 Merayosi mutabani wa Zerakiya mutabani wa
5 Uzi mutabani wa Buki mutabani wa Abisua mutabani wa Finekasi mutabani wa Ereazala
6 mutabani wa Aloni kabona omukulu : Ezera oyo nayambuka ngava Ebabuloni ; era yali muwa-

ndisi mwangu mu mateka ga Musa Mukama Katonda wa Isiraeri geyawa ; kabaka namuwa byona byeyasaba, olwomukono gwa Mukama Katondawe ogwali kuye. Awo abamu ku bana ba 7
Isiraeri nebambuka ne ku bakabona Nabalevi nabaimbi nabagazi Nebanesinimu nebaja Eyerusalemi mu mwaka ogwomusanvu ogwa Alitagizeregizi kabaka. Naja Eyerusalemi mu mwezi 8
ogwokutano ogwomumwaka ogwomusanvu ogwa kabaka. Kubanga ku (lunaku) olwoluberyeberye 9
olwomwezi ogwoluberyeberye kweyasokera okwambuka okuva Ebabuloni, ne ku (lunaku) olwoluberyeberye olwomwezi ogwokutano kweyatukira Eyerusalemi, olwomukono omulungi ogwa Katondawe ogwali kuye. Kubanga Ezera yali 10
akakasiza omutimagwe okunonya amateka ga Mukama nokugakola nokuigiriza mu Isiraeri amateka nemisango.

Era ebaluwa eno yagyibwa mu baluwa kabaka 11
Alitagizeregizi gyeyawa Ezera kabona, omuwandisi, omuwandisi webigambo ebyebiragiro bya Mukama era owamateka eri Isiraeri. Alitagize- 12
regizi kabaka wa bakabaka awandikide Ezera kabona, omuwandisi wamateka ga Katonda wegulu eyatukirira nebirala bwebityo. Nteka 13
eteka bona abokubantu ba Isiraeri ne bakabona babwe Nabalevi mu bwakabaka bwange abagala kubwabwe dala okugenda Eyerusalemi, bagende nawe. Kubanga otumidwa kabaka nabatesabe 14
omusanvu okubuza ebigambo bya Yuda ne Yerusalemi, ngamateka bwegali aga Katondawo agali mu mukonogwo ; nokutwala feza ne zabu kabaka 15
nabatesabe gyebawadeyo kubwabwe eri Katonda wa Isiraeri, ekifokye kyaberamu kiri mu Yerusalemi, ne feza yona ne zabu gyolisanga mu saza 16
lyona Eryebabuloni, wamu nekiwebwayo kubwabwe ekyabantu nekya bakabona, nga bawayo kubwabwe olwenyumba ya Katonda wabwe eri mu

17 Yerusalemi ; kyoliva onyikira enyo okugula ne-
bintu bino ente, endiga enume, abana bendiga,
nebiwebwayo byako ebyobuta, nebiwebwayo
byako ebyokunywa, era olibiwerayo ku kyoto
ekyomunyumba ya Katonda wamwe eri mu Ye-
18 rusalemi. Era kyona kyona kyemulisima oku-
kola efeza erifikawo ne zabu gwe ne bagandabo,
ekyo mukikole nga Katonda wamwe bwayagala.
19 Nebintu byowebwa olwokuwereza okwomunyu-
mba ya Katondawo obiwangayo mu maso ga Ka-
20 tonda Weyerusalemi. Era byona enyumba ya
Katondawo byeryetaga okusukirizawo ebiriku-
gwanira okuwayo, obiwangayo ngobigya mu
21 nyumba yegwanika lya kabaka. Nange, nze Ali-
tagizeregizi kabaka, nteka eteka eri abawanika
bona abali emitala womuga, Ezera kabona omuwa-
ndisi wamateka ga Katonda wegulu buli kyaliba-
22 salira, kikolebwenga nokunyikira kwona, oku-
tusa talanta eza feza kikumi, nebigero byengano
kikumi, nebita byomwenge kikumi, nebita bya-
mafuta kikumi, nomunyo obutagwogera bwe-
23 guba gwenkana. Buli ekinalagirwanga Ka-
tonda wegulu kikolerwenga dala olwenyumba
ya Katonda wegulu ; kubanga obusungu bwandi-
beredewo ki eri obwakabaka bwa kabaka ne ba-
24 tabanibe ? Era tubanyonyola ebya bakabona
Nabalevi, abaimbi, abagazi, Abanesinimu, oba
abadu benyumba eno eya Katonda, bona bwebe-
nkana, tekiriinzika okubasalira musolo newaku-
25 bade ebisalirwa newakubade empoza. Nawe,
Ezera, ngamagezi ga Katondawo bwegali agali mu
mukonogwo, londa abami nabalamuzi balamu-
lenga abantu bona abali emitala womuga, bona
abamanyi amateka ga Katondawo ; noyo ataga-
26 manyi mumuigirizenga. Era buli atalikiriza ku-
kwata mateka ga Katondawo namateka ga ka-
baka, omusango bagukomekerezenga kuye noku-
nyikira kwona, oba gwa ku'tibwa, oba gwa ku-

gobebwa, oba gwa kunyagibwako ebibye, oba gwa kusibibwa.

Mukama yebazibwe Katonda wa bajaja bafe, 27
eyateka ekigambo ekyenkanide awo mu mutima gwa kabaka, okuyonja enyumba ya Mukama eri mu Yerusalemi; era eyanyongerako okusasirwa 28
mu maso ga kabaka nabatesabe ne mu maso gabakulu bona aba kabaka abamānyi. Nempebwa amanyi olwomukono gwa Mukama Katonda wange ogwali kunze, nenkunganya mu Isiraeri abakulu okwambuka nange.

8

Era bano gye mitwe (gyenyumba) za bakitabwe, 1
era kuno kwe kuzalibwa kwabo abayambuka nange okuva Ebabuloni ku mirembe gya Alitagizeregizi kabaka. Ku batabani ba Finekasi, Gere- 2
somu: ku batabani ba Isamala, Danieri: ku batabani ba Daudi, Katusi. Ku batabani ba Seka- 3
niya; ku batabani ba Palosi, Zekaliya; era wamu naye newabalibwa ngokuzalibwa kwabasaja bwekwali, kikumi mwatano. Ku batabani ba Paka- 4
simoabu, Eriekoenai mutabani we Zerakiya; era wamu naye abasaja ebikumi bibiri. Ku batabani 5
ba Sekaniya, mutabani wa Yakazieri; era wamu naye abasaja ebikumi bisatu. Ne ku batabani ba 6
Adini, Ebeda mutabani wa Yonasani; era wamu naye abasaja amakumi atano. Ne ku batabani ba 7
Eramu, Yesaya mutabani wa Asaliya; era wamu naye abasaja nsanvu. Ne ku batabani ba Sefa- 8
tiya, Zebadiya mutabani wa Mikaeri; era wamu naye abasaja kinana. Ku batabani ba Yoabu 9
Obadiya mutabani wa Yekieri; era wamu naye abasaja ebikumi bibiri mu kumi mu munana. Ne ku batabani ba Seromisi mutabani wa Yosi- 10
fiya; era wamu naye abasaja kikumi mwenkaga.

11 Ne ku batabani ba Bebai, Zekaliya mutabani wa
Bebai ; era wamu naye abasaja amakumi abiri
12 mu munana. Ne ku batabani ba Azigada, Yoka-
nani mutabani wa Kakatani ; era wamu naye
13 abasaja kikumi mu kumi. Ne ku batabani ba
Adonikamu aboluvanyuma ; era gano ge manya
gabwe, Erifereti, Yeweri, ne Semaya, era wamu
14 nabo abasaja nkaga. Ne ku batabani ba Bigavai,
Usai ne Zabuda ; era wamu nabo abasaja nsanvu.
15 Nembakunganyiza ku muga ogugenda Eya-
kava ; netusisira netumalayo enaku satu : nene-
tegereza abantu ne bakabona, nesirabayo nomu
16 ku batabani ba Levi. Awo nemutumya Erieza,
Alieri, Semaya, ne Erinasani, ne Yalibu, ne
Erinasani, ne Nasani, ne Zekaliya, ne Me-
sulamu, abasaja abakulu : era ne Yoyalibu
17 ne Erinasani, abaigiriza. Nembatuma okuge-
nda era Ido, omukulu wekifo Kasifiya ; ne-
mbabulira byebaba bagamba Ido ne bagandabe
Abanesinimu, mu kifo ekyo Kasifiya, balete
gyetuli abawereza abomunyumba ya Katonda
18 wafe. Awo olwomukono omulungi ogwa Ka-
tonda wafe ogwali kufe nebatuletera omusaja
owamagezi, owokubatabani ba Mali mutabani wa
Levi mutabani wa Isiraeri ; ne Serebiya ne bata-
19 banibe ne bagandabe, kumi nomunana ; ne Kasa-
biya, era wamu naye Yesaya owokubatabani ba
Merali, bagandabe ne batabani babwe, amakumi
20 abiri ; ne ku Banesinimu, Daudi nabakulu be-
bawayo olwokuwereza Abalevi, Abanesinimu ebi-
kumi bibiri mwabiri : bona nebatulwa amanya
21 gabwe. Awo nenangira okusiba eyo, ku muga
Akava, twetowaze mu maso ga Katonda wafe,
okunonya gyali ekubo egolokofu, eryafe, era erya-
22 bana bafe abato, era eryebintu byafe byona. Ku-
banga ensonyi nezinkwata okusaba kabaka eki-
tongole kya baserikale nabebagala embalasi oku-
tubera eri abalabe mu kubo : kubanga twali two-

gede ne kabaka nti Omukono gwa Katanda wafe guba kwabo bona abamunonya olwobulungi; naye obuinzabwe nobusungubwe buli eri abo bona abamuleka. Awo netusiba netusaba Katonda ekigambo kino: neyegairirwa fe. Awo nenjawula kumi nababiri ku bakulu ba bakabona, Serebiya, Kasabiya, nekumi ku baganda babwe wamu nabo, nembagerera efeza nezabu nebintu, kye kiwebwayo olwenyumba ya Katonda wafe, kabaka nabatesabe nabakungube ne Isiraeri yena abali eyo byebawayo: nze nengerera dala mu mukono gwabwe talanta eza feza lukaga mwatano, nebintu ebya feza talanta kikumi; zabu talanta kikumi; nebibya ebya zabu amakumi abiri, ebya daliki lukumi; nebintu bibiri ebyebikomo ebirungi ebizigule, ebyomuwendo nga zabu. Nembagamba nti Muli batukuvu eri Mukama, nebintu bitukuvu; ne feza ne zabu kye kiwebwayo kubwamwe eri Mukama wa bajaja bamwe. Mutunule mubikume okutusa lwemulibipima mu maso gabakulu ba bakabona Nabalevi nabakulu (benyumba) za bakitabwe eza Isiraeri mu Yerusalemi mu bisenge ebyomunyumba ya Mukama. Awo bakabona Nabalevi nebatola feza ne zabu nebintu ngobuzito bwabyo bwebwali okubireta Eyerusalemi mu nyumba ya Katonda wafe.

Awo netuvayo ku muga Akava ku (lunaku) olwekumi nebiri olwomwezi ogwoluberyeberye okugenda Eyerusalemi: nomukono gwa Katonda wafe gwali kufe, natuwonya mu mukono gwomulabe nomutezi mu kubo. Netuja Eyerusalemi netumalayo enaku satu. Awo ku lunaku olwokuna nebapimira feza ne zabu nebintu mu nyumba ya Katonda wafe okubikwasa mu mukono gwa Meremosi mutabani wa Uliya kabona; era wamu naye waliwo Ereazala mutabani wa Fineka si; era wamu nabo waliwo Yozabada mutabani wa

23 24 25 26 27 28 29 30 31 32 33

Yesua ne Noadiya mutabani wa Binui, Abalevi;
34 byona ngomuwendo gwabyo era ngobuzito bwa-
byo bwebyali: obuzito bona nebuwandikibwa mu
35 biro ebyo. Abana bobusibe abakomawo ewabwe
gyebagoberwa nebawayo ebiwebwayo ebyokebwa
eri Katonda wa Isiraeri, ente kumi nebiri olwa
Isiraeri yena, endiga enume kyenda mu mukaga,
abana bendiga nsanvu mu musanvu, embuzi enu-
me kumi nebiri okuba ekiwebwayo olwekibi: ezo
zona neziba ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama.
36 Nebabawa abesaza aba kabaka ebiragiro bya ka-
baka nabo abafuga emitala womuga: nebabera
abantu nenyumba ya Katonda.

9

1 Awo ebigambo ebyo bwebyakolebwa, abakulu
nebansemberera nga bogera nti Abantu ba Isiraeri
ne bakabona Nabalevi tebeyawude na mawanga
agomunsi (nga bakola) okugoberera emizizo gya-
bwe, Egyabakanani Nabakiti Nabaperizi Nabaye-
busi Nabamoni Nabamoabu Nabamisiri Naba-
2 moli. Kubanga bewasiri'za ku bawala babwe, ne
batabani babwe babawasiri'zako; bwekityo ezade
etukuvu neryetabula namawanga agomunsi: we-
wawo, omukono gwabakulu nabafuga gwe gu-
3 sinze okwonona bwegutyo. Awo bwenawulira
ekigambo ekyo, nenjuza ekyambalo kyange no-
munagiro gwange, nenkunyula enviri ezokumutwe
gwange nezomukirevu kyange, nentula nga nsa-
4 maliride. Awo newakunganira gyendi bona
abakankanira ebigambo bya Katonda wa Isiraeri
olwokusobya kwabo abobusibe; nentula nga nsa-
5 maliride nentusa ekitone ekyakawungezi. Awo
ekitone ekyakawungezi bwekyawebwayo nengo-
lokoka nenva mu kutowazibwa kwange, ekya-
mbalo kyange nomunagiro gwange nga biyulise;

nenfukamira ku mavivi gange nenyanjuluza emikono gyange eri Mukama Katonda wange; ne- 6
njogera nti Ai Katonda wange, nkwatidwaensonyi, amaso gange negamyuka okuimusa amaso gange gyoli, Katonda wange: kubanga obutali butukirivu bwafe bweyongede okukira omutwe gwafe, nomusango gwafe gukuze gutuse mu gulu. Okuva ku naku za bajaja bafe nga tu'za musango 7
munene nyo ne lero; era olwobutali butukirivu bwafe kyetwava tugabulwa, fe, bakabaka bafe ne bakabona bafe, mu mukono gwa bakabaka bensi, eri ekitala, eri obusibe neri okunyagibwa namaso gafe okukwatibwa ensonyi nga lero. Ne ka- 8
kano akasera katono ekisa kiragidwa ekiva eri Mukama Katonda wafe, okutulekera ekitundu ekyokuwona nokutuwa eninga mu kifokye ekitukuvu, Katonda wafe ayakire amaso gafe nokutuwa okuwerawerako akatono mu busibe bwafe. Kubanga tuli basibe; naye Katonda wafe tatwa- 9
bulide mu budu bwafe, naye atwongedeko okusasirwa mu maso ga bakabaka Bebuperesi, okutuwa okuwerawera, okusimba enyumba ya Katonda wafe nokudabiriza ebyayo ebyagwa nokutuwa bugwe mu Yuda ne mu Yerusalemi. Kale no, 10
ai Katonda wafe, tunayogera ki oluvanyuma lwa bino? kubanga twaleka ebiragirobyo, byewa- 11
lagirira mu badubo banabi ngoyogera nti Ensi gyemuingira okugirya nsi eteri nongofu olwobutali bulongofu bwamawanga agomunsi, olwemizizo gyabwe, abagijuziza obugwagwa bwabwe eruwi neruwi. Kale no temuwanga bawala ba- 12
mwe batabani babwe, so temutwaliranga batabani bamwe bawala babwe, so temunonyanga mirembe gyabwe newakubade omukisa gwabwe emirembe gyona: mulyoke mube namanyi mulye obulungi bwensi, mugirekere abana bamwe okuba obusika emirembe gyona. Era ebyo byona nga 13
bimaze okututukako olwebikolwa byafe ebibi

nolwokuza omusango omunene, kubanga gwe, Katonda wafe, watubonerezako katono so si ngobutali butukirivu bwafe bwebwasanira, notuwa
14 ekitundu ekyenkana awo, tulisobya nate amatekago netuba bakodomi bamawanga agakola emizizo egyo? tewanditusunguwalide okutusa lwewandituzikiriza, obutabawo kitundu ekifisewo
15 newakubade owokuwona? Ai Mukama Katonda wa Isiraeri, gwe mutukirivu; kubanga fe tusigade ekitundu ekifisewo ekiwonye nga bwekiri lero: laba, tuli mu masogo nga tuziza omusango; kubanga tewali ainza okuimirira mu masogo olwekyo.

10

Awo Ezera bweyali ngasaba ngayatula ngakaba amaziga ngavunama mu maso genyumba ya Katonda, newakunganira gyali okuva mu Isiraeri ekibina ekinene enyo ekyabasaja nabakazi nabana abato: kubanga abantu nebakaba nyo nyini ama-
2 ziga. Awo Sekaniya mutabani wa Yekieri omu ku batabani ba Eramu, nadamu nagamba Ezera nti Twononye Katonda wafe, netuwasa abakazi banagwanga abokumawanga agomunsi: naye ka-
3 kano esubi weriri eri Isiraeri olwekyo. Kale no tulagane endagano ne Katonda wafe okugoba abakazi bona nabo bebazala, ngokutesa bwekuli okwa mukama wange nabo abakankanira ekiragiro kya Katonda wafe; era kikolebwe ngamateka bwe-
4 gali. Golokoka; kubanga-ekigambo kikyo, nafe
5 tuli nawe: guma omwoyo okikole. Awo Ezera nalyoka agolokoka, nalaiza abakulu ba bakabona, Abalevi ne Isiraeri yena, nga banakolanga ngekigambo kino bwekiri. Awo nebalaira. Awo
6 Ezera nalyoka agolokoka okuva mu maso genyumba ya Katonda, naingira mu kisenge kya Yeko-

kanani mutabani wa Eriasibu : awo bweyatukayo, natalya mere so teyanywa ma'zi : kubanga yanakuwala olwokusobya kwabo abobusibe. Nebalangira okubuna Yuda ne Yerusalemi abana bona abobusibe bakunganire Eyerusalemi ; era buli atalija mu banga eryenaku satu, ngokutesa kwabakulu nabakade bwekwali, afirwe ebintubye byona, naye ye nyini ayawulibwe mu kibina ekyobusibe. Awo abasaja bona aba Yuda ne Benyamini nebakunganira Eyerusalemi mu banga eryenaku esatu ; gwali mwezi gwa mwenda, ku (lunaku) olwamakumi abiri olwomwezi : abantu bona nebatula mu kifo ekigazi mu maso genyumba ya Katonda, nga bakankana olwekigambo ekyo nolwenkuba enyingi. Awo Ezera kabona naimirira nabagamba nti Mwasobya nemuwasa abakazi banagwanga okwongera ku Isiraeri omusango. Kale no mwatule eri Mukama Katonda wa bajaja bamwe mukole ebyo byasima: mweyawule namawanga agomunsi nabakazi banagwanga. Awo ekibina kyona nebadamu nebogera nedobozi dene nti Nga bwoyogede ebigambo byafe, bwekityo bwekitugwanide okukola. Naye abantu bangi, era bye biro ebyenkuba nyingi, so tetuinza kuimirira bweru, so guno si mulimu gwa lunaku lumu oba biri : kubanga twasobya nyo mu kigambo ekyo. Kale abakulu bafe balonderwe ekibina kyona, nabo bona abali mu bibuga byafe abawasiza abakazi banagwanga bajire mu bisera ebitekebwawo, era wamu nabo abakade ba buli kibuga, nabalamuzi bakyo, okutusa ekiruwi ekikambwe ekya Katonda wafe kikyuke kituveko, okutusa ekigambo kino kimalibwe. Yonasani mutabani wa Asakeri ne Yazeya mutabani wa Tikava boka nebaimirira okugana (ekigambo) kino : Mesulamu ne Sabesai Omulevi nebababera. Awo abana bobusibe nebakola bwebatyo. Awo Ezera kabona nabamu ku mitwe

(gyenyumba) za bakitabwe ngenyumba za bakitabwe bwezali, era bona ngamanya gabwe bwegali, nebayawulibwa ; nebatula ku lunaku olwoluberyeberye olwomwezi ogwekumi okukebera
17 ekigambo ekyo. Nebamala ebigambo byabasaja bona abali bawasiza abakazi banagwanga nga tewanaitawo lunaku olwoluberyeberye olwomwezi
18 ogwoluberyeberye. Ne mu batabani ba bakabona nemulabika abali bawasiza abakazi banagwanga : ku batabani ba Yesua, mutabani wa Yozadaka ne bagandabe, Maaseya ne Erieza ne Yalibu
19 ne Gedaliya. Nebawayo emikono gyabwe nga banagoba bakazi babwe ; era kubanga omusango gubasinze (nebawayo) endiga enume eyomukisibo
20 olwomusango gwabwe. Ne ku batabani ba Imera ;
21 Kanani ne Zebadiya. Ne ku batabani ba Kalimu ; Maaseya, ne Eriya, ne Semaya, ne Yekieri,
22 ne Uziya. Ne ku batabani ba Pasula ; Eriwenai, Maaseya, Isimaeri, Nesaneri, Yozabada, ne
23 Irasa. Ne ku Balevi ; Yozabada, ne Simei, ne Keraya [oyo ye Kerita], Pesakiya, Yuda, ne
24 Erieza. Ne ku baimbi ; Eriasibu ; ne ku bagazi ;
25 Salumu, ne Teremu ne Uli. Ne ku Isiraeri : ku batabani ba Palosi ; Lamiya, ne Iziya ne Malikiya, ne Mijamini, ne Ereazala, ne Malikiya, ne
26 Benaya. Ne ku batabani ba Eramu ; Mataniya, Zekaliya, ne Yekieri, ne Abudi, ne Yeremosi,
27 ne Eriya. Ne ku batabani ba Zatu ; Eriwenai, Eriasibu, Mataniya, ne Yeremosi, ne Zabada, ne
28 Aziza. Ne ku batabani ba Bebai ; Yekokanani,
29 Kananiya, Zabai, Asalai. Ne ku batabani ba Bani ; Mesulamu, Maluka, ne Adaya, Yasubu, ne
30 Seali, Yeremosi. Ne ku batabani ba Pakasimoabu ; Adina, ne Kerali, Benaya, Maaseya,
31 Mataniya, Bezaleri, ne Binui, ne Manase. Ne ku batabani ba Kalimu ; Erieza, Isiya, Malikiya,
32 Semaya, Simeoni ; Benyamini, Maluka, Semaliya.
33 Ku batabani ba Kasumu ; Matenai, Matata, Za-

bada, Erifereti, Yeremai, Manase, Simei. Ku 34
batabani ba Bani ; Maadai, Amulamu, ne Ueri ;
Benaya, Bedeya, Keruki ; Vaniya, Meremosi, 35, 36
Eriasibu ; Mataniya, Matenai, ne Yaasu ; ne 37, 38
Bani, ne Binui, Simei ; ne Seremiya, ne Nasani, 39
ne Adaya ; Makanadebai, Sasai, Salai ; Aza- 40, 41
leri, ne Seremiya, Semaliya ; Salumu, Amaliya, 42
Yusufu. Ku batabani ba Nebo ; Yeyeri, Mati- 43
siya, Zabada, Zebina, Ido, ne Yoeri, Benaya.
Abo bona bali bawasiza abakazi banagwanga : 44
era abamu kubo bali balina abakazi bebali bazademu abana.

EKITABO

KYA

NEKEMIYA.

1

1 Ebigambo bya Nekemiya mutabani wa Kakaliya.

Awo olwatuka mu mwezi Kisirevu mu mwaka ogwamakumi abiri, bwenali nga ndi mu Susani
2 olubiri, Kanani omu ku baganda bange naja, ye nabasaja abamu abava mu Yuda; nembabuza ebigambo Byabayudaya abawona, abali basigade
3 ku busibe, nebigambo Byeyerusalemi. Nebangamba nti Ekitundu ekifisewo abasigade ku busibe eyo mu saza balabye enaku nyingi nokuvumibwa: era bugwe Weyerusalemi amenyesemenyese, nemizigo gyakyo gyokedwa omuliro.
4 Awo olwatuka bwenawulira ebigambo ebyo nentula nenkaba amaziga, nenakuwalira enaku ezimu; nensiba nensaba mu maso ga Katonda
5 wegulu, nenjogera nti Nkwegairide, ai Mukama Katonda wegulu, Katonda omukulu owentisa, akwata endagano nokusasira eri abo abamwagala
6 nebakwata ebiragirobye: okutukwo kuwulire no, namasogo gazibuke, owulire okusaba kwomuduwo kwensaba mu masogo mu biro bino, emisana nekiro, olwabana ba Isiraeri abadubo, nga njatula

ebibi ebyabana ba Isiraeri byetwakwonona: wewawo, nze nenyumba ya kitange twayonona. Twakola ebyobukyamu enyo gyoli, so tetwa- 7
kwata biragiro newakubade amateka newakubade emisango byewalagira omuduwo Musa. Nkwe- 8
gairide, jukira ekigambo kyewalagira omuduwo Musa ngoyogera nti Bwemulisobya, ndibasasanyiza dala mu mawanga: naye bwemulikomawo 9
gyendi nemukwata ebiragiro byange nemubikola, newakubade ngabamwe abagobebwa nga bali ku nkomerero yegulu, naye ndibakunganya okubagyayo, nembaleta mu kifo kyeneroboza okutuza omwo erinya lyange. Kale bano be badubo era 10
be bantubo bewanunula nobuinzabwo obungi nomukonogwo ogwamanyi. Ai Mukama, nkwe- 11
gairide, okutukwo kuwulire no okusaba kwomuduwo nokusaba kwabadubo abasanyuka okutya erinyalyo: omuwe omuduwo omukisa lero, omuwe okusasirwa mu maso gomusaja ono. [Era nali ndi musenero wa kabaka.]

2

Awo olwatuka mu mwezi Nisani mu mwaka 1
ogwamakumi abiri ogwa Alitagizeregizi kabaka, omwenge bwegali guli mu masoge, nensitula omwenge nengumuwa kabaka. Era (obweda bwona) nga sinakuwaliranga mu masoge. Ka- 2
baka nangamba nti Kiki ekinakuwaziza amasogo, okulwala nga tolwade? kino si kigambo kirala wabula obuinike obwomumutima. Awo nendyoka ntya nyo. Nengamba kabaka nti Kabaka 3
abe omulamu emirembe gyona: kiki ekyandirobede amaso gange obutanakuwala, ekibuga, ekifo ekyamalalo ga bajaja bange, nga kizise nemizigo gyakyo nga gyokedwa omuliro? Awo kabaka 4
nangamba nti Wegairira ki? Awo nensaba Ka-

5 tonda wegulu. Nengamba kabaka nti Kabaka
bwanasima, era obanga omuduwo alabye ekisa
mu masogo, ontume Eyuda eri ekibuga ekya-
6 malalo ga bajaja bange, nkizimbe. Kabaka na-
ngamba, [kadulubale naye ngatude naye,] nti
Olugendolwo luliba lwa naku meka? era olida
di? Awo kabaka nasima okuntuma; nemulaga
7 ekisera. Era nate nengamba kabaka nti Kabaka
bwanasima, mpebwe ebaluwa eri abamasaza abali
emitala womuga, bampisemu ntuke mu Yuda;
8 nebaluwa eri Asafu omukumi wekibira kya
kabaka, ampe emiti okubaja embawo ezenzigi
zekigo ekyenyumba era eza bugwe wekibuga
nezenyumba gyendiingira. Kabaka nampa olwo-
mukono omulungi ogwa Katonda wange ogwali
9 kunze. Awo nenjija eri abamasaza abali emitala
womuga nembawa ebaluwa za kabaka. Era ka-
baka yali atumye nange abami begye nabebagala
10 embalasi. Awo Sanibalati Omukoloni ne Tobiya
omudu Omwamoni bwebakiwulira, nekibanaku-
waza nyo, kubanga omusaja aze okugezako oku-
11 bera abana ba Isiraeri. Awo nenjija Eyerusalemi
12 nemalayo enaku satu. Nengolokoka kiro, nze
nabasaja si bangi wamu nange; so sabulirako
muntu Katonda wange kyeyateka mu mutima
gwange okukolera Yerusalemi: songa tewali
13 nsolo nange wabula ensolo gyenebagala. Nenva-
mu kiro mu lugi olwomukiwonvu, nga nkwata
ekubo eryoluzi olwogusota nomuzigo ogwobusa,
nenetegereza bugwe Weyerusalemi eyamenyeka-
menyeka, nemizigo gyakyo gyali gyokedwa omu-
14 liro. Awo neneyongerayo eri omuzigo ogwoluzi
nekidiba kya kabaka: naye nga tewali kubo
15 ensolo gyenebagade lyeneitamu. Awo nenya-
mbuka kiro awali akaga, nenetegereza bugwe;
nenkyuka nenyingira mu muzigo ogwomukiwo-
16 nvu, nenkomawo bwentyo. Abakulu nebatama-
nya gyenagenda newakubade kyenakola; songa

sinababulira Abayudaya newakubade bakabona
newakubade abakungu newakubade abafuga ne-
wakubade abalala abakola omulimu. Awo ne- 17
mbagamba nti Mulaba bwetuli obubi, Yerusalemi
bwekizise, nenzigi zakyo zokedwa omuliro: muje
tuzimbe bugwe Weyerusalemi, tuleme okuba nate
ekivume. Nembabulira omukono gwa Katonda 18
wange ogwali kunze omulungi; era nebigambo
bya kabaka byeyambulira. Nebogera nti Tugo-
lokoke tuzimbe. Awo nebanyuweza emikono
gyabwe olwomulimu ogwo omulungi. Naye Sa- 19
nibalati Omukoloni ne Tobiya omudu Omwamoni
ne Gesemu Omwalabu bwebakiwulira nebatuse-
kerera nyo, nebatunyoma nebogera nti Kigambo
ki kino kyemukola? mwagala okujemera kaba-
ka? Awo nembadamu nembagamba nti Katonda 20
wegulu yalituwa omukisa; fe abadube kyetuliva
tugolokoka netuzimba: naye mwe temulina mu-
gabo newakubade ebyamwe newakubade ekijukizo
mu Yerusalemi.

3

Awo Eriasibu kabona omukulu nagolokoka 1
wamu ne bagandabe bakabona, nebazimba omu-
zigo ogwendiga; nebagutukuza, nebasimba enzigi
zagwo; okutuka ku kigo kya Kamea kwebakoma
okugutukuza, okutuka ku kigo kya Kananeri. Era 2
abasaja Abeyeriko be bamudirira okuzimba. Era
Zakula mutabani wa Imiri ye yabadirira okuzimba.
Nomuzigo ogwebyenyanja batabani ba Kasenaa 3
be baguzimba; batekawo emiti gyagwo, nebasimba
enzigi zagwo, ebisiba byagwo nebyuma byagwo.
Era Meremosi mutabani wa Uliya mutabani wa 4
Kakozi ye yabadirira okudabiriza. Era Mesu-
lamu mutabani wa Berakiya mutabani wa Mese-
zaberi ye yabadirira okudabiriza. Era Zadoka

mutabani wa Baana ye yabadirira okudabiriza.
5 Era Abatekoa be babadirira okudabiriza; naye abakungu babwe tebasawo nsingo ku mulimu
6 gwa mukama wabwe. Nomuzigo ogweda Yoyada mutabani wa Pasea ne Mesulamu mutabani wa Besodeya be bagudabiriza; batekawo emiti gyagwo, nebasimba enzigi zagwo nebisiba byagwo
7 nebyuma byagwo. Era Meratiya Omugibeoni ne Yadoni Omumeronosi, abasaja Abegibeoni, Nabemizipa, ekyomusaza lyomukulu wemitala
8 womuga, be babadirira okudabiriza. Uzieri mutabani wa Kalakaya, abawesi ba zabu, be bamudirira okudabiriza. Era Kananiya omu ku bafumbba kalifuwa ye yamudirira okudabiriza, nebanyuweza Yerusalemi, okutuka ku bugwe omu-
9 gazi. Era Lefaya mutabani wa Kula omukulu wekitundu kyesaza lya Yerusalemi ye yabadirira
10 okudabiriza. Era Yedaya mutabani wa Kalumafu ye yabadirira okudabiriza okwolekera enyumbaye ye. Era Katusi mutabani wa Kasabuneya
11 ye yamudirira okudabiriza. Malikiya mutabani wa Kalimu ne Kasubu mutabani wa Pakasimoabu nebadabiriza ekituli ekirala nekigo ekyebikomi.
12 Era Salumu mutabani wa Kalokesi omukulu wekitundu kyesaza lya Yerusalemi, ye ne ba-
13 walabe, ye yamudirira okudabiriza. Omuzigo ogwomukiwonvu Kanuni nabali mu Zanoa be bagudabiriza; nebaguzimba nebasimba enzigi zagwo, ebisiba byagwo nebyuma byagwo, nekituli ekyokubugwe ekyemikono lukumi oku tuka
14 ku muzigo ogwobusa. Nomuzigo ogwobusa Malikiya mutabani wa Lekabu omukulu wesaza Lyebesikakeremu ye yagudabiriza; oyo ye yaguzimba nasimba enzigi zagwo, ebisiba byagwo
15 nebyuma byagwo. Nomuzigo ogwoluzi Saluni mutabani wa Kolikoze omukulu wesaza Lyemizipa ye yagudabiriza; oyo ye yaguzimba nagubikako nasimba enzigi zagwo, ebisiba byagwo

nebyuma byagwo, ne bugwe owokukidiba kya
Sera ekiriranye olusuku lwa kabaka okutuka
ku madala agaserengeta okuva mu kibuga kya
Daudi. Nekemiya mutabani wa Azibuka omu- 16
kulu wekitundu kyesaza Lyebesizula ye yamu-
dirira okudabiriza okutuka ku kifo ekyolekera
amalalo ga Daudi nokutuka ku kidiba ekyasimi-
bwa nokutuka ku nyumba yabasaja abamanyi.
Abalevi, Lekumu mutabani wa Bani, be bamudi- 17
rira okudabiriza. Kasabiya omukulu wekitundu
kyesaza Lyekeira ye yamudirira okudabiriza
olwesazalye. Baganda babwe, Bavai mutabani 18
wa Kenadada omukulu wekitundu kyesaza Lye-
keira, be bamudirira okudabiriza. Ne Ezeri 19
mutabani wa Yesua omukulu Wemizipa ye ya-
mudirira okudabiriza ekituli ekirala ekyolekera
awalinyirirwa mu gwanika eryebyokulwanyisa
(bugwe) wawetera. Baluka mutabani wa Zabai 20
ye yamudirira okudabiriza ekituli ekirala nga-
nyikira nyo, okuva (bugwe) wawetera okutuka
ku lugi lwenyumba ya Eriasibu kabona omukulu.
Meremosi mutabani wa Uliya mutabani wa Ka- 21
kozi ye yamudirira okudabiriza ekituli ekirala
okuva ku lugi lwenyumba ya Eriasibu okutuka
ku nkomerero yenyumba ya Eriasibu. Ne ba- 22
kabona abasaja abomulusenyi be bamudirira oku-
dabiriza. Benyamini ne Kasubu be babadirira 23
okudabiriza okwolekera enyumba yabwe. Aza-
liya mutabani wa Maaseya mutabani wa Ananiya
ye yabadirira okudabiriza ku mabali genyumbaye
ye. Binui mutabani wa Kenadada ye yamudirira 24
okudabiriza ekituli ekirala okuva ku nyumba ya
Azaliya okutuka (bugwe) wawetera ne ku nsonda.
Palali mutabani wa Uzai (ye yadabiriza) okwo- 25
lekera (bugwe) wawetera nekigo ekyazimbibwa
ku nyumba eyengulu eya kabaka eriranye olugya
olwabambowa. Pedaya mutabani wa Palosi ye
yamudirira (okudabiriza). [Era Abanesinimu 26

babanga mu Oferi okutuka ku kifo ekyolekera omuzigo ogwama'zi ebuvanjuba nekigo ekyazi-
27 mbibwako.] Abatekoa be bamudirira okudabiriza ekituli ekirala ekyolekera ekigo ekinene ekyazimbibwako nokutuka ku bugwe Weyoferi.
28 Engulu womuzigo ogwembalasi bakabona webadabiriza, buli muntu okwolekera enyumbaye ye.
29 Zadoka mutabani wa Imera ye yabadirira okudabiriza, okwolekera enyumbaye ye. Ne Semaya mutabani wa Sekaniya omugazi womuzigo ogwe-
30 buvanjuba ye yamudirira okudabiriza. Kananiya mutabani wa Śeremiya ne Kanuni omwana owomukaga owa Zalafu be bamudirira okudabiriza ekituli ekirala. Mesulamu mutabani wa Berakiya ye yamudirira okudabiriza okwolekera eki-
31 sengekye. Malikiya omu ku bawesi ba zabu ye yamudirira okudabiriza okutusa ku nyumba Eyabanesinimu neyabasubuzi okwolekera omuzigo gwa Kamifukada nokutusa awalinyirwa ku nso-
32 nda. Era wakati wawalinyirwa ku nsonda nomuzigo ogwendiga abawesi ba zabu nabasubuzi webadabiriza.

4

1 Naye olwatuka Sanibalati bweyawulira nga tuzimba bugwe, nasunguwala nabako ekiruwi
2 kingi nadulira Abayudaya. Nayogera mu maso ga bagandabe negye Lyesamaliya nagamba nti Abayudaya bano abanafu bakola ki? bagala okwekomera? bagala okuwayo sakaka? bagala okumalira ku lunaku lumu? bagala okuzukiza amainja okugagya mu bifunvu ebyebisasiro, ku-
3 banga gokedwa? Awo Tobiya Omwamoni yali naye nayogera nti Nekyo kyebazimba ekibe bwekinalinyayo kinasula bugwe wabwe owamainja.
4 Wulira, ai Katonda wafe; kubanga tunyomedwa:

era 'za ekivume kyabwe ku mutwe gwabwe bo,
obagabule okunyagibwa munsi eyobusibe: so 5
tobika ku butali butukirivu bwabwe, nekibi
kyabwe kireme okusangulibwa mu masogo:
kubanga bakusunguwaziza mu maso gabazimbi.
Awo netuzimba bugwe; bugwe yena nagatibwa 6
wamu okutusa weyenkana (obugulumivu): ku-
banga abantu basayo omwoyo eri omulimu.
Naye olwatuka Sanibalati ne Tobiya Nabawa- 7
labu Nabamoni Nabasidoda bwebawulira ngo-
mulimu ogwokudabiriza bugwe Weyerusalemi
gugenda gweyongera, era ngebituli bitanude oku-
zibibwa, awo nebasunguwala nyo; nebekobana 8
bona wamu okuja okulwana Neyerusalemi no-
kukisasamaza. Naye netusaba okusaba kwafe eri 9
Katonda wafe netusawo abakumi eri bo emisana
nekiro kulwabwe. Yuda nayogera nti Amanyi 10
gabo' abetika emigugu gawedewo, era waliwo
ebisasiro bingi; nokuinza netutainza kuzimba
bugwe. Abalabe bafe nebogera nti Tebalimanya 11
so tebaliraba, okutusa lwetuliingira mubo wakati,
netubata, netulekesayo omulimu. Awo olwatuka 12
Abayudaya ababalirana bwebaja, nebatugamba
emirundi kumi nga baima mu bifo byona nti
Kibagwanira okuda gyetuli. Kyenava nzisawo 13
abantu mu njuwi eza wansi ezomubanga eryali
enyuma wa bugwe, mu mpungu, kyenava nzisa-
wo abantu ngenda zabwe bwezali nga balina ebi-
tala byabwe namafumu gabwe nemitego gyabwe.
Nentunula nengolokoka nengamba abakungu 14
nabakulu nabantu abalala nti Temubatya: mu-
jukire Mukama omukulu owentisa, mulwanirire
baganda bamwe ne batabani bamwe ne bawala
bamwe, bakazi bamwe nenyumba zamwe. Awo 15
olwatuka abalabe bafe bwebawulira nga kima-
nyidwa gyetuli, era nga Katonda ase okutesa
kwabwe, netulyoka tuda fena ku bugwe, buli
muntu ku mulimugwe. Awo olwatuka okuva 16

ku biro ebyo nokweyongerayo ekitundu kyabadu bange nebakola omulimu ogwo nekitundu nebakwata amafumu nengabo nemitego nebizibawo ebyebyuma; abakulu nebaba enyuma wenyumba
17 yona eya Yuda. Abo abazimba bugwe nabo abetika emigugu nebebinika, buli muntu ngakola omulimu nomukonogwe gumu nogwokubiri nga gu-
18 kute ekyokulwanyisakye; nabazimbi, buli muntu ekitalakye nga kisibidwa mu kiwatokye nazimba bwatyo. Noyo eyafuwa ekondere naberanga na-
19 nge. Nengamba abakungu nabakulu nabantu abalala nti Omulimu munene mugazi, nafe twesudemu amabanga ku bugwe, omu ngamuli wala
20 mune: mu buli kifo gyemunawuliriranga edobozi lyekondere, mutudukiririranga eyo; Katonda
21 wafe yanatulwaniriranga. Awo netukola omulimu: ekitundu kyabwe nebakwata amafumu
22 obude weyakerera nemunyenye lwezalabika. Era mu biro ebyo nengamba bwentyo abantu nti Buli muntu nomuduwe asule mu Yerusalemi babere bakumi gyetuli kiro, era bakolenga omulimu
23 emisana. Awo netutayambula byambalo byafe nze newakubade baganda bange newakubade abadu bange newakubade abasaja abambowa abangobereranga, nomu kufe, buli muntu (yagendanga) emuga ngakute ekyokulwanyisakye.

5

1 Awo newabawo oluyogano olunene olwabantu ne bakazi babwe eri bagánda babwe Abayudaya.
2 Kubanga waliwo abayogera nti Fe, batabani bafe ne bawala bafe, tuli bangi: tufune engano tulye
3 tube abalamu. Era newabawo abayogera nti Tusingawo enimiro zafe nensuku zafe ezemizabibu nenyumba zafe: tufune engano olwenjala.
4 Era newabawo abayogera nti Twewola efeza

eyomusolo gwa kabaka nga tusinzewo enimiro
zafe nensuku zafe ezemizabibu. Naye kakano 5
omubiri gwafe guli ngomubiri gwa baganda bafe,
abana bafe bali ngabana babwe: era, laba, ba-
tabani bafe ne bawala bafe tubaleta mu budu
okuba abadu, era abamu ku bawala bafe bamaze
okuletebwa mu budu: so tetuliko kyetunakola;
kubanga enimiro zafe nensuku zafe ezemizabibu
zirina abalala. Awo nensunguwala nyo bwena- 6
wulira oluyogano lwabwe nebigambo bino. Awo 7
nendvoka ntesa nzeka nenyomba nabakungu na-
bakulu nembagamba nti Muwesa amagoba, buli
muntu mugandawe. Nembakunganyizako oku-
kungana okunene. Nembagamba nti Fe nga 8
bwetwainza twanunula baganda bafe Abayudaya
abatundibwa mu banagwanga; namwe mwagala
nokutunda baganda bamwe, nafe twandibaguze?
Awo nebasirika nebatalaba kigambo. Era ne- 9
njogera nti Ekigambo kyemukola si kirungi:
temwanditambulide mu kutya Katonda wafe,
olwokuvuma kwa banagwanga abalabe bafe?
Era nange bwentyo baganda bange nabadu bange 10
mbawola efeza nengano olwamagoba. Mbegairi-
de, tuleke amagoba ago. Mbegairide, mubadize 11
lero enimiro zabwe nensuku zabwe ezemizabibu
nezemizeituni nenyumba zabwe, era nekitundu
ekyekikumi ekya feza nekyengano nomwenge
namafuta byemubawesa. Awo nebogera nti Tu- 12
nabi'za, so tetulibasalira kintu; bwetutyo bwetu-
nakola nga bwoyogera. Awo nempita bakabona
nembalaiza nga banakola nga bwebasubiziza.
Era nenkunkumula olugoye olwomukifuba kya- 13
nge nenjogera nti Katonda akunkumulire bwatyo
mu nyumbaye ne mu mulimugwe buli muntu
atatukiriza kusubiza kuno; bwatyo bwabakunku-
mulwa namalwamu. Ekibina kyona nebogera nti
Amina, nebatendereza Mukama. Abantu neba-
kola ngokusubiza kuno bwekwali. Era okuva 14

ku biro lwenatekebwawo okuba omukulu wabwe munsi ya Yuda, okuva ku mwaka ogwamakumi abiri okutuka ku mwaka ogwamakumi asatu mwebiri ogwa Alitagizeregizi kabaka, gye myaka kumi nebiri, nze ne baganda bange tetulyanga
15 ku mere eyomukulu. Naye abakulu abeda abansoka basolozanga abantu byebalyanga nebabasaliranga emere nomwenge obutasako sekeri eza feza amakumi ana; wewawo, nabadu babwe bafuganga abantu: naye nze si bwenakola olwo-
16 kutya Katonda. Wewawo, era nanyikira okukola omulimu ogwa bugwe ono, so tetwagula nsi yona: nabadu bange bona nebakunganira eyo eri
17 omulimu. Era ku Bayudaya nabakulu, abasaja kikumi mwatano babanga ku meza yange obutasako abo abaja gyetuli nga bava mu banagwanga
18 abatwetolode. Era ebyafumbibwanga ebyolunaku olumu nte emu nendiga enonde mukaga; era enkoko zanfumbirwanga, nomulundi gumu buli naku kumi omwenge ogwengeri zona: era naye newakubade nga byali bwebityo sabasalira mere ya mukulu, kubanga obudu bwabazitowerera
19 abantu bano. Ai Katonda wange, jukira gyendi olwobulungi byona byenkolede abantu bano.

6

1 Awo olwatuka bwebamubulira Sanibalati ne Tobiya ne Gesemu Omwalabu nabalabe bafe abalala nga nzimbye bugwe, era nga tewakyali kituli ekisigade omwo; {newakubade nga nali nga sinasimba nzigi mu mizigo ne mu biro
2 ebyo;] awo Sanibalati ne Gesemu nebantumira nga bogera nti Jangu tulabagane mu kalo (aka-
3 mu) akomulusenyi lwa Ono. Naye nga balowoza okunkola obubi. Nembatumira ababaka nga njogera nti Nkola omulimu omunene nokuinza

nesiinza kuserengeta: omulimu gwandirekedwayo
ki, nze nga nguvudeko nenserengeta gyemuli?
Nebantumira bwebatyo emirundi ena; nemba- 4
damu bwentyo. Awo Sanibalati nantumira 5
omuduwe bwatyo omulundi ogwokutano ngalina
ebaluwa etesibibwako mu mukonogwe; omwa- 6
wandikirwa nti Mu mawanga mulimu ebigambo
era Gasimu akyogera nga gwe Nabayudaya mwa-
gala okujema; kyova ozimba bugwe: era oyagala
okuba kabaka wabwe, ebigambo ebyo bwebyogera
bwebityo. Era otadewo ne banabi abokubulira 7
ebigambobyo Eyerusalemi nga bogera nti Mu
Yuda mulimu kabaka: kale no kabaka alibu-
lirwa ngebigambo ebyo bwebiri. Kale no jangu
tutese fembi. Awo nemutumira nga njogera nti 8
Tewakolebwanga bigambo nga bwoyogera, naye
obigunze mu mutimagwo gwe. Kubanga bona 9
banditutisiza nga bogera nti Emikono gyabwe
girifuka minafu okuva ku mulimu guleme oku-
kolebwa. Naye kakano, (ai Katonda,) nyuweza
gwe emikono gyange.

Awo nenyingira mu nyumba ya Semaya muta- 10
bani wa Deraya mutabani wa Meketaberi eyasibi-
bwa; nayogera nti Tulabaganire mu nyumba ya
Katonda munda weyekalu, era tugalewo enzigi
zeyekalu: kubanga banaja okukuta; wewawo,
mu kiro mwebanajira okukuta. Nenjogera nti 11
Omusaja eyenkana awo nga nze yandiduse? era
ani eyenkana nga nze eyandiingide mu yekalu
okuwonya obulamubwe? siingiremu. Nentegera, 12
era, laba, Katonda teyamutuma: naye yandaguli-
rako obunabi buno: era Tobiya ne Sanibalati
bali bamuguliride. Kyeyava agulirirwa ntye 13
nenkola bwentyo nenyonona, era babeko kweba-
nagya ensonga eyebigambo ebibi, banvume. Ai 14
Katonda wange, jukira Tobiya ne Sanibalati
ngebikolwa byabwe ebyo bwebyali, era ne nabi
omukazi Noadiya, ne banabi abalala abandintisiza.

15 Bwekityo bugwe nagwa okukola ku (lunaku)
olwamakumi abiri mu tano (olwomwezi) Eruli,
16 mu naku amakumi atano mu biri. Awo olwatu-
ka abalabe bafe bona bwebawulira (bwebatyo),
banagwanga bona abatwetolode nebatya nebagwe-
ramu dala omwoyo mu maso gabwe bo: kubanga
balaba ngomulimu guno gwakolebwa Katonda
17 wafe. Era mu naku ezo abakungu ba Yuda ne-
bamuwereza Tobiya ebaluwa nyingi, (ebaluwa) za
18 Tobiya nezija gyebali. Kubanga mu Yuda mwa-
limu bangi abāmulairira kubanga yali mukodomi
wa Sekaniya mutabani wa Ala; ne mutabaniwe
Yekokanani yali awasiza muwala wa Mesulamu
19 mutabani wa Berakiya. Era nebogera ku biko-
lwabye ebirungi mu maso gange, nebamubulira
ebigambo byange. Tobiya nawereza ebaluwa
okuntisa.

7

1 Awo olwatuka bugwe bweyagwa okuzimba, era
nga maze okusimba enzigi, nabagazi nabaimbi
2 Nabalevi nga balondedwa, awo muganda wange
Kanani ne Kananiya omukulu wekigo nembakwa-
sa Yerusalemi: kubanga yali musaja mwesigwa,
3 era yatya Katonda okusinga bangi. Nembagamba
nti Enzigi Zeyerusalemi tezigalwawo ngomusana
tegunakangālukuka; era bwebaimirira (nga ba-
kuma) bagalewo enzigi, era muzinyuweze nebisi-
ba: era musewo abakumi kwabo abali mu Yeru-
salemi, buli muntu mu lụwalolwe, era buli muntu
4 ngayolekera enyumbaye. Era ekibuga kyali
kigazi era kinene: naye abantu abali omwo bali
5 batono, nenyumba nga tezizimbidwa. Katonda
wange nakiteka mu mutima gwange okukunganya
abakungu nabakulu nabantu babalibwe ngokuza-
libwa kwabwe bwekwali. Nendaba ekitabo ekyo-
kuzalibwa kwabo abasoka okwambuka, nendaba,

nga kiwandikibwamu nti Bano be bana besaza 6
abayambuka okuva mu bunyage bwabo abatwalibwa, Nebukadineza kabaka Webabuloni beyatwala, era abadayo Eyerusalemi ne Yuda, buli muntu mu kibuga kyewabwe; abaja ne Zerubaberi, Yesua, Nekemiya, Azaliya, Laamiya, Nakamani, Molidekai, Birisani, Misiperesi, Bigavai, Nekumu, Baana. Omuwendo gwabasaja abokubantu ba Isiraeri: abana ba Palosi, enkumi 8
biri mu kikumi mwensanvu mu babiri. Abana 9
ba Sefatiya, ebikumi bisatu mwensanvu mu babiri. Abana ba Ala, lukaga mwatano mu babiri. 10
Abana ba Pakasimoabu, owokubana ba Yesua ne 11
Yoabu, enkumi biri mu lunana mu kumi mu munana. Abana ba Eramu, lukumi mwebikumi 12
bibiri mwatano mu bana. Abana ba Zatu, lunana 13
mwana mu batano. Abana ba Zakai, lusanvu 14
mwenkaga. Abana ba Binui, lukaga mwana mu 15
munana. Abana ba Bebai, lukaga mwabiri mu 16
munana. Abana ba Azigada, enkumi biri mwe- 17
bikumi bisatu mwabiri mu babiri. Abana ba 18
Adonikamu, lukaga mwenkaga mu musanvu. Abana ba Bigavai, enkumi biri mwenkaga mu 19
musanvu. Abana ba Adini, lukaga mwatano mu 20
batano. Abana ba Atera, owa Kezekiya, kyenda 21
mu munana. Abana ba Kasumu, ebikumi bisa- 22
tu mwabiri mu munana. Abana ba Bezai, ebiku- 23
mi bisatu mwabiri mu bana. Abana ba Kalifu, 24
kikumi mu kumi mu babiri. Abana ba Gibeoni, 25
kyenda mu batano. Abasaja Abebesirekemu ne 26
Netofa, kikumi mu kinana mu munana. Abasaja 27
Abeyanasosi, kikumi'mwabiri mu munana. Aba- 28
saja Abebesiazimavesi, amakumi ana mu babiri. Abasaja Abekiriasiyealimu, Kefira, ne Beerosi, 29
lusanvu mwana mu basatu. Abasaja Aberama 30
ne Geba, lukaga mwabiri mwomu. Abasaja Abe- 31
mikimasi, kikumi mwabiri mu babiri. Abasaja 32
Abebeseri ne Ai, kikumi mwabiri mu basatu.

33 Abasaja Abenebo ekyokubiri, amakumi atano mu
34 babiri. Abana ba Eramu owokubiri, lukumi
35 mwebikumi bibiri mwatano mu bana. Abana ba
36 Kalimu, ebikumi bisatu mwabiri. Abana ba
37 Yeriko, ebikumi bisatu mwana mu batano. Abana ba Loda, Kadida, ne Ono, lusanvu mwabiri
38 mwomu. Abana ba Senaa, enkumi satu mu
39 lwenda mwasatu. Bakabona: abana ba Yedaya, owokunyumba ya Yesua, lwenda mwensanvu mu
40 basatu. Abana ba Imera, lukumi mwatano mu
41 babiri. Abana ba Pasula, lukumi mwebikumi
42 bibiri mwana mu musanvu. Abana ba Kalimu,
43 lukumi mu kumi mu musanvu. Abalevi: abana ba Yesua Owekadamieri, owokubana ba Kodeva,
44 nsanvu mu bana. Abaimbi: abana ba Asafu,
45 kikumi mwana mu munana. Abagazi: abana ba Salumu, abana ba Atera, abana ba Talamoni, abana ba Akubu, abana ba Katita, abana ba So-
46 bai, kikumi mwasatu mu munana. Abanesinimu: abana ba Zika, abana ba Kasufa, abana ba
47 Tabaosi; abana ba Kerosi, abana ba Siya, abana
48 ba Padoni; abana ba Lebana, abana ba Kagaba,
49 abana ba Salamai; abana ba Kanani, abana ba
50 Gideri, abana ba Gakala; abana ba Leaya, abana
51 ba Lezini, abana ba Nekoda; abana ba Gazamu,
52 abana ba Uza, abana ba Pasea; abana ba Besai,
53 abana ba Meunimu, abana ba Nefusesimu; abana ba Bakabuka, abana ba Kakufa, abana ba Kaliku-
54 li; abana ba Bazirisi, abana ba Mekida, abana ba
55 Kalisa; abana ba Balikosi, abana ba Sisera, abana
56 ba Tema; abana ba Neziya, abana ba Katifa.
57 Abana babadu ba Sulêmani; abana ba Sotai,
58 abana ba Soferesi, abana ba Perida; abana ba
59 Yaala, abana ba Dalikoni, abana ba Gideri; abana ba Sefatiya, abana ba Katiri, abana ba Pokeresi-
60 kazebaimu, abana ba Amoni. Abanesinimu bona nabana babadu ba Sulemani bali ebikumi bisatu
61 mu kyenda ma babiri. Era bano be bayambuka

okuva Eterimera, Eterikalisa, Ekerubu, Eyadoni,
ne Imera: naye nebatainza kulaga nyumba za
bakitabwe newakubade okuzalibwa kwabwe oba-
nga ba Isiraeri: abana ba Deraya, abana ba 62
Tobiya, abana ba Nekoda, lukaga mwana mu
babiri. Ne ku bakabona: abana ba Kobaya, 63
abana ba Kakozi, abana ba Balizirai, eyawasa
omukazi owokubawala ba Balizirai Omugireada,
natumibwa erinya lyabwe. Abo nebanonya 64
okuwandikibwa kwabwe (mwabo) ababalibwa
ngokuzalibwa kwabwe bwekwali, naye nekutala-
bika: kyebava babavola nebabagoba mu bwaka-
bona. Tirisasa nabagamba baleme okulya ku 65
bintu ebitukuvu enyo okutusa kabona lwaliimi-
rira alina Ulimu ne Sumimu. Ekibina kyona 66
wamu kyali obukumi buna mwenkumi biri mwe-
bikumi bisatu mwenkaga, obutasako badu babwe 67
nabazana babwe, omuwendo gwabwe kasanvu mwe-
bikumi bisatu mwasatu mu musanvu: era balina
abasaja abaimbi nabakazi abaimbi ebikumi bibiri
mwana mu batano. Embalasi zabwe zali lusanvu 68
mwasatu mu mukaga; enyumbu zabwe ebikumi
bibiri mwana mu tano; engamira (zabwe) ebikumi 69
bina mwasatu mu tano; endogoi (zabwe) kakaga
mu lusanvu mwabiri. Era abamu ku mitwe 70
(gyenyumba) za bakitabwe nebawayo eri omulimu.
Tirisasa nawayo mu gwanika daliki eza zabu
lukumi, ebibya amakumi atano, ebyambalo bya
bakabona ebikumi bitano mwasatu. Era abamu 71
ku mitwe (gyenyumba) za bakitabwe nebawayo
mu gwanika eryomulimu daliki eza zabu obukumi
bubiri, ne lateri eza feza enkumi biri mwebikumi
bibiri. Nebyo abantu abalala byebawa byali da- 72
liki eza zabu obukumi bubiri ne lateri eza feza
enkumi biri, nebyambalo bya bakabona nkaga
mu musanvu. Awo bakabona Nabalevi nabagazi 73
nabaimbi nabamu ku bantu Nabanesinimu ne
Isiraeri yena nebabera mu bibuga byabwe.

8

1 Awo omwezi ogwomusanvu bwegwatuka, abana
ba Isiraeri nga bali mu bibuga byabwe. Awo
abantu bona nebakungana ngomuntu omu mu
kifo ekigazi ekyayolekera omuzigo ogwama'zi;
nebagamba Ezera omuwandisi okuleta ekitabo
ekyamateka ga Musa Mukama geyalagira Isiraeri.
2 Ezera kabona naleta amateka mu maso gekibina,
abasaja era nabakazi ne bona abainza okuwulira
nokutegera, ku lunaku olwoluberyeberye olwo-
3 mwezi ogwomusanvu. Awo nasoma omwo mu
maso gekifo ekigazi ekyayolekera omuzigo ogwa-
ma'zi, okuva enkya mu makya okutusa etuntu,
abasaja nabakazi nga webali, nabo abainza okutege-
ra; abantu bona nebatega amatu okuwulira ekita-
4 bo ekyamateka. Ezera omuwandisi naimirira ku
kituti ekyemiti kyebali bakolede omulimu ogwo;
nokumulirana newaimirira Matisiya ne Sema ne
Anaya ne Uliya ne Kirikiya ne Maaseya ku mu-
konogwe ogwadyo; ne ku mukonogwe ogwa kono
Pedaya ne Misaeri ne Malikiya ne Kasumu
5 ne Kasibadana, Zekaliya (ne) Mesulamu. Awo
Ezera nayanjululiza ekitabo mu maso gabantu
bona; [kubanga yali wagulu wabantu bona;] awo
bweyakyanjuluza, abantu bona nebaimirira:
6 Ezera neyebaza Mukama Katonda omukulu.
Abantu bona nebadamu nti Amina, amina, nga
baimusa emikono gyabwe: nebakutama emitwe
gyabwe nebasinza Mukama nga bavunamye ama-
7 so gabwe wansi. Era Yesua ne Bani ne Serebiya
ne Yamini ne Akubu ne Sabesai ne Kodiya ne
Maaseya ne Kerita ne Azaliya ne Yozabada ne
Kanani ne Peraya Nabalevi nebategeza abantu
amateka: abantu (nebaimirira) mu kifo kyabwe.
8 Nebasoma mu kitabo mu mateka ga Katonda
okuwulikika; nebaleta amakulu nokutegera ne-

bategera ebyasomebwa. Awo Nekemiya Tirisasa 9
ne Ezera kabona omuwandisi Nabalevi abaigi-
rizanga abantu nebagamba abantu bona nti
Olunaku luno lutukuvu eri Mukama Katonda
wamwe; temunakuwala so temukaba maziga.
Kubanga abantu bona nebakaba amaziga bweba-
wulira ebigambo ebyomumateka. Awo nabaga- 10
mba nti Mwegendere, mulye amasavu, munywe
ebiwomerevu, muwereze oyo emigabo atategeke-
dwa kintu: kubanga olunaku luno lutukuvu eri
Mukama wafe: so temunakuwala; kubanga esa-
nyu lya Mukama ge manyi gamwe. Awo Abalevi 11
nebasirisa abantu bona nga bogera nti Musirike,
kubanga olunaku luno lutukuvu; so temunaku-
wala. Awo abantu bona nebegendera okulya 12
nokunywa nokuwereza emigabo nokusanyuka esa-
nyu lingi, kubanga bategede ebigambo ebibabuli-
dwa. Awo ku lunaku olwokubiri newakungana 13
emitwe (gyenyumba) za bakitabwe ezabantu bona,
bakabona Nabalevi, awali Ezera omuwandisi,
okutega amatu eri ebigambo ebyamateka. Neba- 14
laba ebyawandikibwa mu mateka Mukama bwe-
yalagirira mu Musa abana ba Isiraeri basulenga
mu nsisira mu mbaga eyomumwezi ogwomusa-
nvu: era balalikenga balangirenga mu bibuga 15
byabwe byona ne mu Yerusalemi nti Mufulume ku
lusozi, mukime amatabi gemizeituni namatabi
agemizeituni egyomunsiko namatabi gemikadasi
namatabi genkindu namatabi gemiti emiziivu
okukola ensisira nga bwekyawandikibwa. Awo 16
abantu nebafuluma nebagaleta nebekolera ensisira,
buli muntu wagulu ku nyumbaye ne mumpya
zabwe ne mumpya zenyumba ya Katonda ne mu
kifo ekigazi ekyokumuzigo ogwama'zi ne mu kifo
ekigazi ekyokumuzigo gwa Eferaimu. Awo eki- 17
bina kyona kyabo abali bakomyewo okuva mu
bunyage nebakola ensisira nebasula mu nsisira:
kubanga okuva ku naku za Yesuwa mutabani wa

Nuni okutusa ku lunaku luli abana ba Isiraeri tebakolanga bwebatyo. Newabawo esanyu lingi
18 nyo. Era buli lunaku ngasokera lu lunaku olwoluberyeberye namalira ku lunaku olwenkomerero nasomanga mu kitabo ekyamateka ga Katonda. Nebakwatira embaga enaku musanvu; ne ku lunaku olwomunana newabawo okukungana okutukuvu, ngekiragiro bwekiri.

9

1 Awo ku lunaku olwabiri munya olwomwezi guno abana ba Isiraeri bali bakunganye nga basība era nga bambade ebibukutu era nga besābye
2 etaka. Awo ezade lya Isiraeri nebeyawula mu banagwanga bona, nebaimirira nebātula ebibi byabwe nobutali butukirivu bwa bajaja babwe.
3 Nebaimirira mu kifo kyabwe nebasoma mu kitabo ekyamateka ga Mukama Katonda wabwe nebamala ekitundu kyolunaku ekyokuna; nekitundu ekyokuna (ekirala) nebātula, nebasinza Mukama
4 Katonda wabwe. Awo newaimirira ku madala Gabalevi Yesuwa ne Bani ne Kadamieri ne Sebaniya ne Buni ne Serebiya ne Bani ne Kenani, nebakabira Mukama Katonda wabwe nedobon
5 dene. Awo Abalevi, Yesuwa ne Kadamieri ne Bani ne Kasabuneya ne Serebiya ne Kodiya ne Sebaniya ne Pesakiya nebogera nti Muimirire mumwebaze Mukama Katonda wamwe okuva emirembe gyona nokutusa emirembe gyona: era erinyalyo eryekitibwa lyębazibwe erigulumizibwa
6 okusinga okwebaza kwona nokutendereza. Gwe Mukama, gwe weka; gwe wakola egulu, egulu erya wagulu, negye lyalyo lyona, ensi nebintu byona ebiri okwo, enyanja ne byona ebiri omwo, era gwobikuma byona; negye eryomugulu liku-
7 sinza. Gwe Mukama Katonda ye nyini, eyalonda

Ibulaimu nomugya mu Uli Eyabakalidaya, no-
muwa erinya Ibulaimu ; nolaba omutimagwe nga 8
mwesigwa mu masogo, nolagana naye endagano
okuwa ensi Eyomukanani Nomukiti Nomwamoli
Nomuperizi Nomuyebusi Nomugirigasi, okugiwa
ezaderye, era otukiri'za ebigambobyo ; kubanga
gwe mutukirivu. Era walaba okubonabona kwa 9
bajaja bafe mu Misiri nowulira okukaba kwabwe
ku tale Lyenyanja Emyufu ; nolaga obubonero 10
nebyamagero ku Falao nabadube bona nabantu
bona abomunsiye ; kubanga wamanya nga ba-
bakola ebyamalala ; newefunira erinya nga bwe-
kiri lero. Era wayawulamu enyanja mu maso 11
gabwe nokuita nebaita wakati mu nyanja ku
lukalu ; nabo ababagoberera nobakasuka mu bu-
ziba ngejinja bwerikasukibwa mu ma'zi agama-
nyi. Era nate nobalungamya ngoima mu mpagi 12
eyekire emisana ; era ngoima mu mpagi eyo-
muliro ekiro, okubamulisiza mu kubo lyebaba
baitamu. Era waka ku lusozi Sinai, noyogera na- 13
bo ngoima mu gulu nobawa emisango egyensonga
namateka agamazima, ebyakutirwa ebirungi ne-
biragiro : nobamanyisa sabitiyo entukuvu, noba- 14
lagira ebiragiro namateka ne tolati mu mukono
gwa Musa omuduwo : nobawa emere eyava mu 15
gulu olwenjala yabwe, nobagyira ama'zi mu lwazi
olwenyonta yabwe, nobalagira baingire okulya
ensi gyewaimusiza omukonogwo okubawa. Naye 16
bo ne bajaja bafe nebakola ebyamalala, nebakaka-
nyaza ensingo yabwe, nebatawulira biragirobyo,
nebagana okugonda so tebajukira bya magerobyo 17
byewakola mubo ; naye nebakakanyaza ensingo
yabwe, nebasawo omwami nga bajemye okudayo
mu budu bwabwe : naye gwe Katonda eyetesetese
okusonyiwa, owekisa era ajude okusasira, alwawo
okusunguwala, era akwatirwa enyo ekisa, notoba-
leka. Wewawo, bwebakola enyana ensanuse, 18
nebogera nti Ono ye Katondawo eyakugya mu

19 Misiri, era nga bakoze ebinyiza enyo ; naye gwe olwokusasirakwo okutali kumu notobaleka mu lukola : empagi eyekire teyabavako emisana okubalungamiza mu kubo ; newakubade empagi eyomuliro ekiro okubamulisiza nokubalaga ekubo
20 lyebaba baitamu. Era wawa omwoyogwo omulungi okubaigiriza, so tewabama manuyo mu kamwa kabwe, nobawa ama'zi olwenyonta yabwe.
21 Wewawo, wabalisiza emyaka amakumi ana mu lukola, nebatabulwa kintu ; ebyambalo byabwe
22 tebyakadiwa nebigere byabwe tebyazimba. Era wabawa obwakabaka namawanga gewagaba ngemigabo gyabwe bwegyali : awo nebalya ensi ya Sikoni, ensi ya kabaka Wekeseboni, nensi ya Oga
23 kabaka Webasani. Era nabana babwe wabaza ngemunyenye ezomugulu, nobaingiza munsi gyewagambako bajaja babwe nga baligiingira okugi-
24 rya. Awo abana nebaingira nebalya ensi, nowangula abali munsi mu maso gabwe, Abakanani, nobawayo mu mikono gyabwe, ne bakabaka babwe namawanga agomunsi, babakole nga bwebayagala.
25 Nebamenya ebibuga ebyaliko enkomera, nensi engimu, nebalya enyumba ezajula ebirungi byona, ebidiba ebyatemebwa, ensuku ezemizabibu, nezemizeituni, nemiti egibala ebibala mingi nyo : awo nebalya nebakuta, nebageja nebasanyukira
26 obulungibwo obungi. Era naye nebatagonda nebakujemera, nebasula amatekago enyuma wamabega gabwe, nebata banabibo ababanga abajulirwa eri bo okubakyusa nate gyoli, nebakola
27 ebinyiza enyo. Kyewava obagabula mu mukono gwabalabe babwe ababeralikiriza : awo mu kisera mwebalabira enaku bwebakukabira, nobawulira ngoima mu gulu ; era ngokusasirakwo okutali kumu bwekwali nobawa abalokozi aba-
28 balokolanga mu mukono gwabalabe babwe. Naye bwebamalanga okuwumula, nebeyongeranga okukola obubi mu masogo : kyewava obaleka mu

mukono gwabalabe babwe nokufuga nebabafuga:
naye bwebakomangawo nebakukabira, nowulira,
ngoima mu gulu; nobawonya emirundi mingi
ngokusasirakwo bwekwali; noba mujulirwa eri 29
bo olyoke obakomyewo eri amatekago: naye ne-
bakola ebyamalala nebatawulira matekago, naye
nebasobya emisangogyo, [egyo omuntu bwagikola,
aliba mulamu mugyo,] nebagyawo ekibegabega,
nebakakanyaza ensingo yabwe, nebatayagala ku-
wulira. Naye nobagumikiririza emyaka mingi, 30
noba mujulirwa eri bo nomwoyogwo mu banabi-
bo: naye nebatayagala kutega okutu: kyewava
obagabula mu mukono gwamawanga agomunsi.
Naye olwokusasirakwo okutali kumu notobama- 31
lirawo dala, so tewabaleka; kubanga gwe Katonda
wa kisa era owokusasira. Kale no, Katonda wafe, 32
Katonda omukulu, owamanyi, owentisa, akwata
endagano nokusasira, okutegana kwona kuleme
okufanana okutono mu masogo okwatubangako,
ku bakabaka bafe, ku bakungu bafe, ne ku baka-
bona bafe, ne ku banabi bafe, ne ku bajaja bafe,
ne ku bantubo bona, okuva ku mirembe gya ba-
kabaka Bebwasuli na buli kati. Naye gwe mu- 33
tukirivu mu byona ebyatubangako kubanga wa-
kola ebyamazima, naye fe twakolanga obubi: so 34
ne bakabaka bafe nabakungu bafe ne bakabona
bafe ne bajaja bafe tebakwatanga matekago so
tebawulira biragirobyo nemisangogyo byewatege-
za eri bo. Kubanga tebakuwerezanga mu bwaka- 35
baka bwabwe, ne mu bulungibwo obungi bwewa-
bawa, ne munsi enene engimu gyewawa mu
maso gabwe, so tebakyuka okuleka ebikolwa
byabwe ebibi. Laba, tuli badu lero, nensi gyewa- 36
wa bajaja bafe, okulyanga ebibala byamu nobu-
lungi bwamu, laba, tuli badu omwo. Era ewa 37
amagoba mangi bakabaka bewasawo okutufuga
olwokwonona kwafe: era balina obuinza ku mi-
biri gyafe, nebisibo byafe, nga bwebasima, nafe

38 tulabye enaku nyingi. Era naye ebyo byona ne-
wakubade nga bibadewo, tulagana endagano eye-
nkalakalira, netugiwandika ; abakungu bafe Na-
balevi bafe ne bakabona bafe nebagisako akabo-
nero.

10

1 Era abo abasako akabonero be bano, Nekemiya
Tirisasa, mutabani wa Kakaliya, ne Zedekiya ;
2, 3 Seraya ne Azaliya ne Yeremiya ; ne Pasula ne
4 Amaliya ne Malikiya ; ne Katusi ne Sebaniya
5 ne Maluka ; ne Kalimu ne Meremosi ne Obadiya ;
6, 7 ne Danieri ne Ginesoni ne Baluka ; ne Mesula-
8 mu ne Abiya ne Miyamini ; ne Maaziya ne Biri-
9 gai ne Semaya : abo be bali bakabona. Nabalevi :
amanya gabwe, Yesuwa mutabani wa Azaniya ne
Binui owokubana ba Kenadada ne Kadamieri ;
10 ne baganda babwe, Sebaniya ne Kodiya ne Kerita
11 ne Peraya ne Kanani ; ne Mika ne Lekobu ne Ka-
12 sabiya ; ne Zakula ne Serebiya ne Sebaniya ;
13, 14 ne Kodiya ne Bani ne Beninu. Abakulu ba-
bantu : Palosi ne Pakasimoabu ne Eramu ne Zatu
15, 16 ne Bani ; ne Buni ne Azigada ne Bebai ; ne
17 Adoniya ne Bigavai ne Adini ; ne Atera ne Keze-
18 kiya ne Azula ; ne Kodiya ne Kasumu ne Bezai ;
19, 20 ne Kalifu ne Anasosi ne Nobai ; ne Magapiya-
21 si ne Mesulamu ne Kezira ; ne Mesezaberi ne
22 Zadoka ne Yaduwa ; ne Peratiya ne Kanani ne
23, 24 Anaya ; ne Kosea ne Kananiya ne Kasubu ; ne
25 Kalokesi ne Pira ne Sobeka ; ne Lekumu ne Ka-
26 sabuna ne Maaseya ; ne Akiya ne Kanani ne Ana-
27, 28 ni ; ne Maluka ne Kalimu ne Baana. Nabantu
abalala bona, bakabona Nabalevi nabagazi nabai-
mbi Nabanesinimu nabo bona abeyawula mu ma-
wanga agomunsi eri amateka ga Katonda, bakazi
babwe, batabani babwe, ne bawala babwe, buli

muntu eyalina okumanya nokutegera ; nebegata 29
ne baganda babwe, abakungu babwe, nebegwanyiza ekikolimo nekirairo okutambuliranga mu mateka ga Katonda agāwerwa mu Musa omudu wa Katonda, nokukwatanga nokukola ebiragiro byona ebya Mukama Mukama wafe, nemisangogye namatekage ; era tulemenga okuwa bawala bafe 30
amawanga agomunsi newakubade okutwalira batabani bafe bawala babwe : era amawanga agomu- 31
nsi bwebanaletanga ebintu oba ebyokulya byona okutunda ku lunaku olwa sabiti, obutagulananga nabo ku sabiti newakubade ku lunaku olutukuvu: era nga tunalekanga omwaka ogwomusanvu, nokubanja ebanja lyona. Era netwetekerawo amateka 32
okwesalira buli mwaka ekitundu ekyokusatu ekya sekeri olwokuwereza okwomunyumba ya Katonda wafe; olwemigati egyokulaga nolweki- 33
webwayo ekyobuta ekitagwawo nolwekiwebwayo ekyokebwa ekitagwawo, ebyokusabiti nebyokumyezi egyakaboneka, nolwembaga egyatekebwawo nolwebintu ebitukuvu nolwebiwebwayo olwekibi okutangirira Isiraeri, nolwemirimu gyona egyomunyumba ya Katonda wafe. Netukuba 34
obululu, bakabona Nabalevi nabantu, olwekiwebwayo ekyenku, okuziretanga mu nyumba ya Katonda wafe ngenyumba za bakitafe bwezali mu bisera ebyalagirwa buli mwaka, okwokeranga ku kyoto kya Mukama Katonda wafe nga bwekyawandikibwa mu mateka : nokuletanga ebibala ebi- 35
beryeberye ebyetaka lyafe, nebiberyeberye ebyebibala byona ebyokumiti egyengeri zona buli mwaka mu nyumba ya Mukama : era nababerye- 36
berye ku batabani bafe ne ku bisibo byafe nga bwekyawandikibwa mu mateka, nebiberyeberye kunte zafe ne ku ndiga zafe okuletanga mu nyumba ya Katonda wafe eri bakabona abawereza mu nyumba ya Katonda wafe : era nga tunaleta- 37
nga ebiberyeberye ebyomugoyo gwafe nebiwebwa-

yo byafe ebisitulibwa, nebibala ebyokumiti egyengeri zona, omwenge namafuta, eri bakabona mu bisenge ebyomunyumba ya Katonda wafe; nebitundu ebyekumi ebyetaka lyafe eri Abalevi; kubanga abo, Abalevi, be bawebwa ebitundu ebyeku-
38 mi mu bibuga byona gyetulimira. Era kabona mutabani wa Aloni anabanga wamu Nabalevi, Abalevi bwebanawebwanga ebitundu ebyekumi: era Abalevi banaletanga ekitundu ekyekumi ekyokubitundu ebyekumi mu nyumba ya Katonda wafe, mu bisenge mu nyumba eyokuterekamu ebyobu-
39 gaga. Kubanga abana ba Isiraeri nabana ba Levi banaletanga ekiwebwayo ekisitulibwa ekyengano nekyomwenge nekyamafuta mu bisenge omuli ebintu ebyomukifo ekitukuvu, ne bakabona ababereza nabagazi nabaimbi: so tetulireka nyumba ya Katonda wafe.

11

1 Awo abakulu babantu nebabera mu Yerusalemi: era nabantu abalala nebakuba obululu okugya omu ku kumi okumuleta okubera mu Yerusalemi ekibuga ekitukuvu, ne bali omwenda oku-
2 bera mu bibuga (ebirala). Awo abantu nebabebaza abasaja bona aberonda kubwabwe okubera mu
3 Yerusalemi. Era bano be bakulu besaza ababera mu Yerusalemi: naye mu bibuga bya Yuda nemuberamu buli muntu mu butakabwe mu bibuga byabwe, Isiraeri, bakabona Nabalevi Nabanesi-
4 nimu nabana babadu ba Sulemani. Ne mu Yerusalemi nemuberamu abamu ku bana ba Yuda ne ku bana ba Benyamini. Ku bana ba Yuda: Ataya mutabani wa Uziya mutabani wa Zekaliya mutabani wa Amaliya mutabani wa Sefatiya mu-
5 tabani wa Makalaleri owokubana ba Perezi; ne Maaseya mutabani wa Baluka mutabani wa Kolikoze mutabani wa Kazaya mutabani wa Adaya

mutabani wa Yoyalibu mutabani wa Zekaliya
omwana Womusiro. Batabani ba Perezi bona aba- 6
bera mu Yerusalemi bāli ebikumi bina mwenkaga
mu munana abasaja abazira. Era bano be bata- 7
bani ba Benyamini: Salu mutabani wa Mesulamu
mutabani wa Yoeda mutabani wa Pedaya mutaba-
ni wa Kolaya mutabani wa Maaseya mutabani wa
Isieri mutabani wa Yesaya. Awo oluvanyuma 8
lwoyo Gabai ne Salai, olwenda mwamakumi abi-
ri mu munana. Ne Yoeri mutabani wa Zikiri ye 9
yali omulabirizi wabwe: ne Yuda mutabani wa
Kasenuwa ye yali owokubiri okufuga ekibuga.
Ku bakabona: Yedaya mutabani wa Yoyalibu ne 10
Yakini ne Seraya mutabani wa Kirikiya mutabani 11
wa Mesulamu mutabani wa Zadoka mutabani wa
Merayosi mutabani wa Akitubu, omukulu wenyu-
mba ya Katonda, ne baganda babwe abākolanga 12
omulimu ogwomunyumba, olunana mwabiri mu
babiri: ne Adaya mutabani wa Yerokamu muta-
bani wa Peraliya mutabani wa Amuzi mutabani
wa Zekaliya mutabani wa Pasula mutabani wa
Malikiya, ne bagandabe, abakulu (benyumba) 13
za bakitabwe, ebikumi bibiri mwana mu babiri:
ne Amasai mutabani wa Azaleri mutabani wa
Azai mutabani wa Mesiremosi mutabani wa
Imera, ne baganda babwe, abasaja abamanyi aba- 14
zira, kikumi mwabiri mu munana: ne Zabudieri
mutabani wa Kagedolimu ye yali omulabirizi wa-
bwe. Ne ku Balevi: Semaya mutabani wa Ka- 15
subu mutabani wa Azirikamu mutabani wa Kasa-
biya mutabani wa Buni; ne Sabesai ne Yozabada, 16
ku bakulu Babalevi abalabiriranga emirimu egye-
bweru egyenyumba ya Katonda; ne Mataniya 17
mutabani wa Mika mutabani wa Zabudi mutabani
wa Asafu eyali omukulu okuleterezanga okwebaza
bwebasabanga, ne Bakabukiya owokubiri mu ba-
gandabe; ne Abuda mutabani wa Samuwa muta-
bani wa Galali mutabani wa Yedusuni. Abalevi 18

bona abali mu kibuga ekitukuvu bali ebikumi bi-
19 biri mu kinana mu bana. Era nate abagazi, Aku-
bu ne Talamoni ne baganda babwe abakumanga
20 emizigo bāli kikumi mwensanvu mu babiri. Na-
baisiraeri bona abalala, ku bakabona Abalevi, ba-
banga mu bibuga byona ebya Yuda, buli muntu
21 mu busikabwe. Naye Abanesinimu nebabera
mu Oferi: ne Zika ne Gisipa be bali abakulu Ba-
22 banesinimu. Ne Uzi mutabani wa Bani mutaba-
ni wa Kasabiya mutabani wa Mataniya mutabani
wa Mika, owokubana ba Asafu abaimbi, ye yali
omulabirizi Wabalevi Eyerusalemi okulongosa
23 emirimu egyomunyumba ya Katonda. Kubanga
kabaka yali alagide ebigambo byabwe, era yali
akutide abaimbi ebyenkalakalira nga buli lunaku
24 bwerwetaga. Ne Pesakiya mutabani wa Meseza-
beri owokubana ba Zera mutabani wa Yuda ya-
banga ku mukono gwa kabaka olwebigambo
25 byona ebyabantu. Nolwebyalo nenimiro zako,
abamu ku bana ba Yuda nebabera mu Kiriasialaba
ne mu bibuga byako, ne mu Diboni nebibuga
26 byako, ne mu Yekabuzeeri nebyalo byako: ne mu
27 Yesuwa ne mu Molada ne Besipereti; ne mu Ka-
zalasuwali ne mu Beeriseba ne mu bibuga byako;
28 ne mu Zikalaga ne mu Mekona nebibuga byako;
29 ne mu Enirimoni ne mu Zola ne mu Yalamusi;
30 Zanoa ne Adulamu nebyalo byako, Lakisi nenimi-
ro zako, Azeka nebibuga byako. Bwebatyo bwe-
basisira okuva Ebeeriseba okutuka ku kiwonvu
31 kya Kinomu. Abana ba Benyamini nabo (neba-
bera) okuva Egeba (nokweyongerayo) Emikimasi
32 ne Aiya, ne Beseri nebibuga byako; Anasosi ne
33 Nobu ne Ananiya; Kazola ne Lama ne Gitaimu;
34, 35 ne Kadida ne Zeboimu ne Nebalati; ne Loda
36 ne Ono, ekiwonvu ekyabakozi. Ne ku Balevi
ebisanja ebimu ebyomu Yuda (nebigatibwa) ne
Benyamini.

12

ERA bano be bakabona Nabalevi abayambuka 1
ne Zerubaberi mutabani wa Sealitieri, ne Yesuwa:
Seraya ne Yeremiya ne Ezera; ne Amaliya ne 2
Maluka ne Katusi; ne Sekaniya ne Lekumu ne 3
Meremosi; ne Ido ne Ginesoi ne Abiya; ne 4, 5
Miyamini ne Maadiya ne Biriga; ne Semaya ne 6
Yoyalibu ne Yedaya; ne Salu ne Amoka ne Kiri- 7
kiya ne Yedaya. Abo be bali abakulu ba baka-
bona naba baganda babwe mu naku za Yesuwa.
Era nate Abalevi: Yesuwa ne Binui ne Kadami- 8
eri ne Serebiya ne Yuda ne Mataniya eyali omu-
kulu wokwebaza, ye ne bagandabe. Era Bakabu- 9
kiya ne Uno baganda babwe nebabolekera mu
bisanja. Yesuwa nazala Yoyakimu, Yoyakimu 10
nazala Eriasibu, Eriasibu nazala Yoyada, Yoyada 11
nazala Yonasani, Yonasani nazala Yaduwa. Mu 12
naku za Yoyakimu newabawo bakabona emitwe
(gyenyumba) za bakitabwe: owa Seraya, Meraya;
owa Yeremiya, Kananiya; owa Ezera, Mesulamu; 13
owa Amaliya, Yekokanani; owa Maluki, Yonasa- 14
ni; owa Sebaniya, Yusufu; owa Kalimu, Adina; 15
owa Merayosi, Kerikai; owa Ido, Zekaliya; owa 16
Ginesoni, Mesulamu; owa Abiya, Zikiri; owa 17
Miniamini, owa Moadiya, Piritai; owa Biriga, 18
Samuwa; owa Semaya, Yekonasani; nowa Yoya- 19
libu, Matenai; owa Yedaya, Uzi; owa Salai, 20
Kalai; owa Amoka, Ebera; owa Kirikiya, Kasa- 21
biya; owa Yedaya, Nesaneri. Abalevi mu naku 22
za Eriasibu, Yoyada ne Yokanani ne Yaduwa, ne-
bawandikibwa nga gye mitwe (gyenyumba) za
bakitabwe: era ne bakabona, Dalio Omuperesi
nga ye kabaka. Batabani ba Levi, emitwe (gye- 23
nyumba) za bakitabwe, nebawandikibwa mu
kitabo ekyebyomumirembe okutusa ku naku za
Yokanani mutabani wa Eriasibu. Nabakulu 24

Babalevi: Kasabiya ne Serebiya ne Yesuwa mutabani wa Kadamieri ne baganda babwe nga babolekede okutendereza nokwebaza ngekiragiro bwekyali ekya Daudi omusaja wa Katonda,
25 ekisanja nga kyolekera ekisanja. Mataniya ne Bakabukiya ne Obadiya ne Mesulamu ne Talamoni ne Akubu be bali abagazi nga bakuma ama-
26 wanika agokumiryango. Abo be baliwo mu biro bya Yoyakimu mutabani wa Yesuwa mutabani wa Yozadaka ne mu biro bya Nekemiya owesaza nebya Ezera kabona omuwandisi.
27 Awo bwebawonga bugwe wa Yerusalemi, nebanonya Abalevi mu bifo byabwe byona, okubaleta Eyerusalemi, okukwata embaga eyokuwonga nesanyu, nga bebaza era nga baimba, nga balina ebi-
28 tasa nentongoli nenanga. Abana babaimbi nebakungana, okuva mu lusenyi olwetolode Yerusa-
29 lemi ne mu byalo Ebyabanetofa; era ne mu Besigirigali ne mu nimiro ezoku Geba ne Azamavesi: kubanga abaimbi bali bezimbide ensisira
30 okwetolola Yerusalemi. Awo bakabona Nabalevi neberongosa; nebalongosa abantu nemizigo ne
31 bugwe. Awo nenyambusa abakulu ba Yuda ku bugwe, nentekawo ebibina bibiri ebinene abebaza nebatambula nga basimbye enyiriri; (ekimu nga kitambula), ku mukono ogwadyo ku bugwe mu
32 kubo eryomuzigo ogwobusa: noluvanyuma lwabwe Kosai natambula nekitundu ekyabakulu ba
33, 34 Yuda, ne Azaliya ne Ezera ne Mesulamu ne Yuda ne Benyamini ne Semaya ne Yeremiya,
35 nabamu ku bana ba bakabona nga balina amakondere: Zekaliya mutabani wa Yonasani mutabani wa Semaya mutabani wa Mataniya mutabani wa Mikaya mutabani wa Zakula muta-
36 bani wa Asafu; ne bagandabe, Semaya ne Azaleri ne Miralai ne Giralai ne Maai ne Nesaneri ne Yuda ne Kanani, nga balina ebivuga ebya Daudi omusaja wa Katonda; ne Ezera

omuwandisi ngabakulembede: nebaita mu mu- 37
zigo ogwolu'zi nokusimba mu maso gabwe ne-
balinya ku lutindo olwekibuga kya Daudi, bugwe
wayambukira wagulu wenyumba ya Daudi oku-
tusa ku muzigo ogwama'zi ebuvanjuba. Nekibina 38
ekyokubiri ekyabo abebaza nebagenda okubasi-
sinkana, nange nga mbavako enyuma, wamu neki-
tundu kyabantu ku bugwe engulu wekigo ekye-
bikomi, okutusa ku bugwe omugazi; era engulu 39
womuzigo gwa Eferaimu nawali omuzigo omu-
kade nawali omuzigo ogwebyenyanja nekigo kya
Kananeri nekigo kya Kamea okutusa ku mu-
zigo ogwendiga: nebaimirira buimirizi mu
muzigo ogwabakumi. Awo ebibina byombi 40
ebyabo abebaliza mu nyumba ya Katonda ne-
biimirira, nange nekitundu kyabakulu wamu
nange: ne bakabona, Eriakimu ne Maaseya ne 41
Miniamini ne Mikaya ne Eriwenai ne Zekaliya ne
Kananiya nga balina amakondere; ne Maaseya 42
ne Samaya ne Ereazala ne Uzi ne Yekokanani ne
Malikiya ne Eramu ne Ezera. Abaimbi nebaimba
nedobozi dene, Yezerakiya nga ye mukulu wabwe.
Nebawayo sadaka enkulu ku lunaku olwo nebasa- 43
nyuka; kubanga Katonda yali abasanyusiza esa-
nyu lingi; era nabakazi nabana abato nebasa-
nyuka: awo esanyu Eryeyerusalemi nokuwulirwa
neriwulirirwa wala.

Awo ku lunaku olwo nebalonda abantu okuba 44
abakulu benju ezamawanika, olwebiwebwayo ebi-
situlibwa, olwebibala ebiberyeberye, nolwebi-
tundu ebyekumi, okuzikunganyizamu, ngeni-
miro ezokubibuga bwezali, emigabo egyalagirwa
bakabona Nabalevi mu mateka: kubanga Yuda
nasanyuka olwa bakabona Nabalevi abawereza.
Era bakwata ebisanja bya Katonda wabwe nebi- 45
sanja ebyokulongosa, era (bwebatyo bwebakola)
nabaimbi nabagazi ngekiragiro kya Daudi bwe-
kyali nekya Sulemani mutabaniwe. Kubanga 46

mu mirembe gya Daudi ne Asafu eda wabangawo omukulu wabaimbi, nenyimba ezokutendereza
47 nokwebaza Katonda. Era Isiraeri yena mu biro bya Zerubaberi ne mu biro bya Nekemiya nebawa emigabo gyabaimbi nabagazi ngebyagwanira buli lunaku bwebyali: nebatukulizanga Abalevi; Abalevi nebatukulizanga batabani ba Aloni.

13

1 Ku lunaku olwo nebasoma mu kitabo kya Musa mu matu gabantu; nebasanga nga kyawandikibwa omwo Omwamoni Nomumoabu obutaingiranga mu kunganiro lya Katonda emirembe
2 gyona; kubanga tebasisinkana bana ba Isiraeri nga balina emere nama'zi, naye nebaguliriira Balaamu eri bo okubakolimira: era naye Katonda
3 wafe nafula ekikolimo okuba omukisa. Awo olwatuka bwebawulira amateka, nebalyoka bawula mu Isiraeri ekibina kyona ekyabanagwanga.
4 Era ebyo nga tebinabawo Eriasibu kabona eyalondebwa okuba omukulu webisenge ebyomunyumba ya Katonda wafe, bweyali mukodomi
5 wa Tobiya, yali amutegekede ekisenge ekinene, gyebatekeranga eda ebiwebwayo ebyobuta nomugavu nebintu nebitundu ebyekumi ebyenganonomwenge namafuta, Abalevi byebawebwanga olwekiragiro nabaimbi nabagazi; nebiwebwayo ebisitulibwa ebya bakabona. Naye mu (biro) ebyo
6 byona nze nga siri Yerusalemi: kubanga mu mwaka ogwamakumi asatu mwebiri ogwa Alitagizeregizi kabaka Webabuloni nengenda eri kabaka, awo nga waisewo enaku nendaga kabaka:
7 nenjija Eyerusalemi nentegera obubi Eriasibu bweyali akoze olwa Tobiya, ngamutegekera eki-
8 senge mumpya ezenyumba ya Katonda. Neki-'nakuwaza nyo: kyenava nkasuka ebweru ebintu

byona ebyomunyumba ebya Tobiya okubigya
mu kisenge. Awo nendagira nebalongoza ebi- 9
senge: nenzizayo eyo ebintu ebyomunyumba
ya Katonda nebiwebwayo ebyobuta nomugavu.
Nentegera nga Abalevi bali tebanawebwa migabo 10
gyabwe; awo Abalevi nabaimbi abakolanga omu-
limu nga badukide buli muntu mu kyalokye.
Awo nempakanya abakulu nenjogera nti Kiki 11
ekirese'za enyumba ya Katonda? Nembaku-
nganya nembateka mu kifo kyabwe. Awo Aba- 12
yuda bona nebaleta ekitundu ekyekumi ekye-
ngano nomwenge namafuta eri amawanika. Ne- 13
nzisawo abawanika ku mawanika, Seremiya ka-
bona ne Zadoka omuwandisi, ne ku Balevi, Pe-
daya: ne Kanani ye yabadirira mutabani wa
Zakula mutabani wa Mataniya: kubanga balo-
wozebwa okuba abesigwa, nomulimu gwabwe,
kugabiranga baganda babwe. Onjijukiranga, ai 14
Katonda wange, olwekigambo ekyo, so tosangula
bikolwa byange ebirungi byenakolera enyumba
ya Katonda wange nolwebyo ebikwatirwa omwo.
Mu biro ebyo nendaba mu Yuda abantu nga 15
basambira ku sabiti amasogolero era nga bain-
giza ebinywa era nga babiteka ku ndogoi zabwe;
era nomwenge nezabibu netini nemigugu egye-
ngeri zona gyebaingiza mu Yerusalemi ku lu-
naku olwa sabiti: nemba omujulirwa (eri bo) ku
lunaku kwebatundira ebyokulya. Era mwabe- 16
ramu abasaja Abetulo abaingizanga ebyenyanja
nebintu ebyengeri zona, nebabaguliza ku sabiti
abana ba Yuda ne mu Yerusalemi. Awo ne- 17
ndyoka mpakanya abakungu ba Yuda nemba-
gamba nti Kibi ki kino kyemukola nemwonona
olunaku olwa sabiti? Bajaja bamwe si bweba- 18
kola bwebatyo, era Katonda wafe teyatuletako
bubi buno bwona ne ku kibuga kino? era naye
mwe mweyongera okuleta obusungu ku Isiraeri
nga mwonona sabiti. Awo olwatuka ekizikiza 19

bwekyasoka okukwata enzigi Ezeyerusalemi sabiti ngenebako enkya, nendagira okugalawo enzigi, nendagira obutazigulawo okutusa sabiti lwerigwako: nenteka abamu ku badu bange ku nzigi, baleme okuingiza omugugu gwona ku lunaku
20 olwa sabiti. Awo abasubuzi nabatunzi bebintu ebyengeri zona nebasula ebweru Weyerusalemi
21 omulundi gumu oba ebiri. Nendyoka mbera omujulirwa eri bo nembagamba nti Kiki ekibasuza okwetolola bugwe? bwemulikola bwemutyo nate, ndibakwata. Awo okuva ku lunaku olwo
22 nebatajira nate ku sabiti. Awo nendagira Abalevi okwerongosa, era okuja okukuma enzigi okutukuza olunaku olwa sabiti. Onjijukiriranga, ai Katonda wange, na kino, onsonyiwe ngokusasirakwo bwekwenkana obungi.
23 Mu biro ebyo era nendaba Abayudaya abali bawasiza abakazi ba Asidoda naba Amoni naba
24 Moabu: nabana babwe bayogeranga ekitundu lulimi lwa Asidoda so tebainza kwogera lulimi lwa Bayudaya, naye ngolulimi olwa buli gwanga
25 bwerwali. Awo nembawakanya nembakolimira nenkubako abamu nenkunyula enviri zabwe nembalaiza Katonda nti Temuwanga batabani babwe bawala bamwe so temutwaliranga batabani bamwe bawala babwe newakubade mwe be
26 nyini. Sulemani kabaka wa Isiraeri teyayonona mwebyo? naye mu mawanga mangi newataba kabaka amwenkana, era yayagalibwa Katondawe, era Katonda namufula kabaka wa Isiraeri yena: era naye noyo abakazi abamawanga nebamwo-
27 nonyesa. Kale tunabawulira mwe okukola obubi obwenkanide awo okusobya Katonda wafe nga
28 tuwasa abakazi abamawanga? Era omu ku batabani ba Yoyada mutabani wa Eriasibu kabona omukulu yali mukodomi wa Sanibalati Omuko-
29 loni: kyenava mugoba gyendi. Obajukiranga, ai Katonda wange, kubanga bayonona obwaka-

bona nendagano eyobwakabona Neyabalevi.
Bwentyo bwenabalongosa eri banagwanga bona, 30
nentekawo ebisanja bya bakabona Nebyabalevi,
buli muntu mu mulimugwe ; nolwekiwebwayo 31
ekyenku mu biro ebyatekebwawo nolwebibala
ebiberyeberye. Onjijukiranga, ai Katonda wange,
okunkola obulungi.

EKITABO

KYA

ESEZA.

1

1 Awo olwatuka ku mirembe gya Akasuero [ye
Akasuero oyo eyafuga okuva Ebuindi okutuka
Ebwesiyopya, amasaza kikumi mwamakumi abiri
2 mu musanvu:] awo ku mirembe egyo, kabaka
Akasuero bweyatula ku ntebe yobwakabakabwe
3 eyali mu Susani eriyumba, mu mwaka ogwo-
kusatu ogwokufugakwe nafumbira embaga aba-
kungube bona nabadube; obuinza Bwebuperesi
Nebumedi, abakungu nabakulu bamasaza nga
4 bali mu masoge: nayoleseza enaku nyingi obu-
gaga obwobwakabakabwe obwekitibwa netendo
eryobukulubwe obutasingika, enaku kikumi mu
5 kinana. Awo enaku ezo bwezatukirira, kabaka
nafumbira embaga abantu bona abali bali awo
mu Susani eriyumba, abakulu nabato, enaku mu-
sanvu, mu lugya olwokukusuku olweriyumba lya
6 kabaka; (wāliwo ebitimbibwa ebyolugoye) olweru
nolwa nawandagala nolwa kaniki, nga bisibibwa
nemigwa egya bafuta enungi nolwefulungu ne-
mpeta eza feza nempagi ezamainja aganyirira:
ebitanda byali bya zabu ne feza ku mainja ama-
lire aganyirira, amamyufu nameru naga kyenvu

namadugavu. Nebabanywesa mu bintu ebya 7
zabu, [ebintu nga tebifanana byoka na byoka,]
nomwenge ogwa kabaka mungi nyo, ngobugabi
bwa kabaka bwebwali. Nokunywa nekuba nga- 8
mateka bwegali; nga tewali ainza okuwaliriza:
kubanga kabaka bweyali alagide bwatyo abami
bona abomunyumbaye bakolenga buli muntu nga
bwayagala. Ne Vasiti kadulubale nafumbira 9
abakazi embaga mu nyumba ya kabaka, eya ka-
baka Akasuero. Awo ku lunaku olwomusanvu, 10
omwoyo gwa kabaka bwegwasanyuka olwomwe-
nge, nalagira Mekumani ne Bizisa ne Kalabona
ne Bigasa ne Abagasa ne Zesala ne Kalakasi,
abalawe omusanvu abawererezanga mu maso ga
Akasuero kabaka, okuleta Vasiti kadulubale mu 11
maso ga kabaka ngatikide engule eyobwakabaka,
okwolesa amawanga nabakungu obulungibwe: ku-
banga yali mulungi okutunulira. Naye kadulu- 12
bale Vasiti nagana okuja olwekiragiro kya kabaka
bweyamulagiriza abalawe: kabaka kyeyava asu-
nguwala enyo, ekiruwikye nekyaka muye. Awo 13
kabaka nagamba abagezi abategera ebiro, [kuba-
nga eyo ye yali empisa ya kabaka eri bona abama-
nya amateka nemisango; ne Kalasena ne Sesala 14
ne Adamasa ne Talasisi ne Meresi ne Malasena
ne Memukani, abakungu omusanvu Abebuperesi
Nebumedi, abalabanga amaso ga kabaka era
abatulanga ku ntebe ezokumwanjo mu bwaka-
baka, abo be bamudirira:] nti Tunakola tutya 15
kadulubale Vasiti ngamateka bwegali, kubanga
takoze ekyo kabaka Akasuero kyamulagiriza
abalawe? Awo Memukani nadamu mu maso ga 16
kabaka nabakungu nti Vasiti kadulubale tayono-
nye kabaka yeka era naye nabakungu namawa-
nga gona agali mu masaza ga kabaka Akasuero.
Kubanga ekikolwa kino ekya kadulubale kirya- 17
tikirira mu bakazi bona okunyomesa bababwe
mu maso gabwe bwekiribulirwa nti Kabaka

Akasuero yalagira Vasiti kadulubale okuletebwa
18 mu masoge naye nataja. Awo ku lunaku luno
abakyala Abebuperesi Nebumedi abawulide eki-
kolwa kya kadulubale banagamba (bwebatyo)
abakungu bona aba kabaka. Awo (walibawo)
19 okunyoma kungi nobusungu. Kabaka bwana-
sima bwatyo, alalike ekiragiro kya kabaka, era
kiwandikibwe mu mateka Agabaperesi Nabamedi
kireme okuwanyisibwa, Vasiti aleme okuja nate
mu maso ga kabaka Akasuero; era nobukulubwe
obwa kadulubale kabaka abuwe omulala amu-
20 singa obulungi. Awo bwebanalalika eteka lya
kabaka lyanateka okubuna obwakabakabwe bwo-
na, [kubanga bunene,] awo abakazi bona bana-
sangamu ekitibwa bababwe, abakulu nabato.
21 Ekigambo ekyo nekisanyusa kabaka nabakungu;
kabaka nakola ngekigambo kya Memukani bwe-
22 kyali: kubanga nawereza ebaluwa mu masaza
gona aga kabaka, mu buli saza ngokuwandika
kwalyo bwekwali, na buli gwanga ngolulimi
lwabwe bwerwali, buli musaja afugenga mu nyu-
mbaye ye, era akiralike ngolulimi lwabantube
bwerwali.

2

1 Awo oluvanyuma lwebyo, obusungu bwa ka-
baka Akasuero bwebwakakana, nalyoka ajukira
Vasiti nekyo kyeyakola nekyo ekyatekebwa eri
2 ye. Awo abadu ba kabaka abamuwerezanga ne-
bogera nti Bamunonyeze kabaka abawala abato
3 abalungi abatamanyi musaja: era kabaka atekewo
abami mu masaza gona agomubwakabakabwe,
bakunganye abawala abato abalungi bona Esu-
sani mu lubiri mu nyumba yabakazi, mu mu-
kono gwa Kegai omulawe wa kabaka, omukumi
wabakazi; era ebintu byabwe ebyokulongosa ba-

biwebwe: awo omuwala kabaka gwalisima abe 4
kadulubale mu kifo kya Vasiti. Ekigambo ekyo
nekisanyusa kabaka; nakola bwatyo.

Waliwo Omuyudaya mu Susani mu lubiri, 5
erinyalye Molidekai mutabani wa Yaira muta-
bani wa Simei mutabani wa Kisi Omubenyamini;
eyagyibwa mu Yerusalemi wamu nabasibe aba- 6
twalirwa awamu ne Yekoniya kabaka wa Yuda,
Nebukadineza kabaka Webabuloni gweyatwala.
Nalera Kadasa, ye Eseza muwala wa kitawe 7
omuto: kubanga teyalina kitawe newakubade
nyina, era omuwala oyo yali mulungi nyo; awo
nyina ne kitawe bwebafa, Molidekai namutwala
okuba omwanawe ye. Awo olwatuka ekiragiro 8
kya kabaka netekalye bwebyawulirwa, nabawala
bangi nga bakunganide Esusani mu lubiri mu
mukono gwa Kegai, awo Eseza natwalibwa mu
nyumba ya kabaka mu mukono gwa Kegai omu-
kumi wabakazi. Awo omuwala oyo namusanyusa, 9
nafuna ekisa eri ye; nayanguwa okumuwa ebintu-
bye ebyokulongosa wamu nemigabogye nabawala
omusanvu abagwanira okubamuwa nga bagyibwa
mu nyumba ya kabaka: namujulula ye nabawa-
labe nabaingiza mu kifo ekyasinga obulungi mu
nyumba eyabakazi. Eseza yali tategezeza abantu- 10
be bwebali newakubade ekikakye: kubanga Moli-
dekai yali amukutide obutakitegeza. Era Molide- 11
kai natambuliranga buli lunaku mu maso golugya
lwenyumba eyabakazi, okumanya Eseza bwali,
era kyalibera. Awo oluwalo olwa buli muwala 12
bwerwaja okuingira eri kabaka Akasuero, ngamaze
okukolerwa ngeteka eryabakazi bweriri emyezi
kumi nebiri, [kubanga enaku ezokulongosa kwa-
bwe bwezatukiriranga bwezityo, emyezi mukaga
amafuta agomugavu, nemyezi mukaga ebyaka-
losa nebintu ebyokulongosa abakazi,] awo bwatyo 13
omuwala nalyoka aja eri kabaka, kyona kyeya-
yagala nakiwebwa okugenda naye ngava mu

nyumba eyabakazi ngagenda mu nyumba ya
14 kabaka. Yagenda akawungezi nakomawo enkya
mu nyumba eyabakazi eyokubiri mu mukono
gwa Saasigazi omulawe wa kabaka eyakumanga
abazana: teyaingira nate eri kabaka, wabula nga
kabaka amusanyukide, era ngaitidwa nerinya.
15 Awo oluwalo lwa Eseza omuwala wa Abikairi
kitawe omuto wa Molidekai eyamutwala okuba
omwanawe bwerwali lutuse, okuingira eri kabak-
ka, teyaliko kyeyetaga wabula ebyo Kegai, omu-
lawe wa kabaka, omukumi wabakazi, byeyalagira.
Eseza naganja mu maso gabo bona abamutunulira.
16 Awo Eseza natwalibwa eri kabaka Akasuero mu
nyumbaye eya kabaka mu mwezi ogwekumi, gwe
mwezi Tebesi mu mwaka ogwomusanvu ogwoku-
17 fugakwe. Awo kabaka namwagala Eseza okusinga
abakazi bona nalaba ekisa nokuganja mu masoge
okusinga abawala bona: nokuteka nateka engule
eyobwakabaka ku mutwegwe namufula kadulu-
18 bale mu kifo kya Vasiti. Awo kabaka nalyoka
afumbira abakungube bona nabadube embaga
enkulu, embaga ya Eseza; nawa amasaza okuso-
nyibwa, nagaba ebirabo, ngobugabi bwa kabaka
19 bwebwali. Awo abawala bwebali bakunganye
omulundi ogwokubiri, awo Molidekai natula mu
20 muzigo gwa kabaka. Eseza yali tanategeza eki-
kakye bwekyali newakubade abantube; nga
Molidekai bweyamukutira: kubanga Eseza ya-
kola ekiragiro kya Molidekai nga bweyakolanga
21 bweyali ngakyamulera. Awo mu biro ebyo,
Molidekai ngatude mu muzigo gwa kabaka,
babiri ku balawe ba kabaka, Bigasani ne Te-
resi, kwabo abakumanga olugi, nebasunguwala
22 nebagezako okukwata kabaka Akasuero. Awo
ekigambo ekyo nekimanyibwa Molidekai naki-
bulira Eseza kadulubale; Eseza nabulira kabaka
23 mu linya lya Molidekai. Awo ekigambo ekyo
bwebakikebera, nekirabika nga bwekyali bwe-

kityo, bombi nebawanikibwa ku muti: awo nekiwandikibwa mu kitabo ekyebigambo ebya buli lunaku mu maso ga kabaka.

3

Awo oluvanyuma lwebyo kabaka Akasuero 1
nakuza Kamani mutabani wa Kamedasa Omwagaga namusukiriza, nagulumiza entebeye okusinga abakungu bona abali naye. Awo abadu 2
bona aba kabaka abali mu muzigo gwa kabaka nebamukutamira Kamani nebamuvunamira: kubanga kabaka bweyali alagide bwatyo ebigambobye. Naye Molidekai teyamukutamira so teyamuvunamira. Awo abadu ba kabaka abali mu 3
muzigo gwa kabaka nebagamba Molidekai nti Kiki ekikusobesa ekiragiro kya kabaka? Awo 4
olwatuka bwebayogeranga naye buli lunaku naye natabawulira, nebamubulira Kamani okulaba ebigambo bya Molidekai obanga binanyuwera: kubanga yali ababulide nga Muyudaya. Awo 5
Kamani bweyalaba nga Molidekai teyakutama so teyamuvunamira, awo Kamani najula obusungu. Naye nalaba nga tekugasa okukwata Molidekai 6
yeka; kubanga bali bamutegezeza abantu ba Molidekai bwebali: Kamani kyeyava asala amagezi okuzikiriza Abayudaya bona abali mu bwakabaka bwona obwa Akasuero, abantu ba Molidekai. Awo mu mwezi ogwoluberyeberye, gwe mwezi 7
Nisani, mu mwaka ogwekumi nebiri ogwa kabaka Akasuero, nebakuba Puli, bwe bululu, mu maso ga Kamani buli lunaku era buli mwezi (okutusa ku mwezi) ogwekumi nebiri, gwe mwezi Adala. Awo Kamani nagamba kabaka Akasuero 8
nti Waliwo abantu abasasanye abatataganye mu mawanga mu masaza gona agobwakabakabwo; namateka gabwe tegafanana (mateka ga) gwanga

lyona; so tebakwata mateka ga kabaka: kyekiva
9 kirema okugasa kabaka okubaganya. Kabaka
bwanasima, kiwandikibwe bazikirizibwe: nange
ndisasula etalanta eza feza kakumi mu mikono
gyabo abateresebwa okukuma omulimu (gwa ka-
10 baka), okuzireta mu mawanika ga kabaka. Awo
kabaka nagya empetaye ku mukonogwe nagimu-
wa Kamani mutabani wa Kamedasa Omwagaga
11 omulabe Wabayudaya. Awo kabaka nagamba
Kamani nti Efeza eweredwa gyoli era nabantu
12 okubakola nga bwosima. Awo nebaita abawa-
ndisi ba kabaka mu mwezi ogwoluberyeberye ku
lunaku lwagwo olwekumi nesatu, nebawandika
nga byona bwebyali Kamani byeyali alagide
abamasaza ga kabaka nabami abafuga buli saza
nabakulu ba buli gwanga; eri buli saza ngoku-
wandika kwalyo bwekwali, neri buli gwanga ngo-
lulimi lwabwe bwerwali: mu linya lya kabaka
Akasuero mwebyawandikirwa, era byatekebwako
13 akabonero nempeta ya kabaka. Nebawereza eba-
luwa nezitwalibwa ababaka mu masaza gona aga
kabaka, okuzikiriza nokuta nokumalawo Abayu-
daya bona, abato nabakade, abana abato nabakazi,
ku lunaku lumu, ku (lunaku) olwekumi nesatu
olwomwezi ogwekumi nebiri, gwe mwezi Adala,
nokutwala omunyago gwabwe okuba omuigo.
14 Ebyagyibwa ku kiwandiko nebiralikibwa eri
amawanga gona, ekiragiro kirangirwe mu buli
15 saza, balyoke betekeretekere olunaku olwo. Awo
ababaka nebanguwa nebagenda olwekiragiro kya
kabaka, eteka neribulirwa mu Susani olubiri:
awo kabaka ne Kamani nebatula okunywa; naye
ekibuga kya Susani nekibulwa amagezi.

4

Awo Molidekai bweyategera byona ebyakole- 1
bwa, Molidekai nayuza ebyambalobye nayambala
ebibukutu nevu, nafuluma nagenda mu kibuga
wakati, nakaba nedobozi dene eryenaku nyingi:
naja ne mu maso gomuzigo gwa kabaka: kubanga 2
tewali eyainza okuingira mu muzigo gwa kabaka
ngayambade ebibukutu. Awo mu buli saza eki- 3
ragiro kya kabaka netekalye buli gyebyatukanga
newaba okuwubala kungi mu Bayudaya noku-
siba nokukaba amaziga nokukuba ebiwobe; awo
bangi abagalamira nga bambade ebibukutu nevu.
Awo abawala ba Eseza nabalawebe nebaja neba- 4
mubulira; kadulubale nanakuwala nyo: nawe-
reza ebyambalo Molidekai byabayambala, noku-
mugyako ebibukutubye: naye natabikiriza. Awo 5
Eseza naita Kasaka omu ku balawe ba kabaka,
gweyali atadewo okumuwereza, namukutira oku-
genda eri Molidekai okumanya ekigambo ekyo
bwekyali nensonga yakyo. Awo Kasaka nafu- 6
luma nagenda eri Molidekai awali ekifo ekigazi
ekyekibuga ekyayolekera omuzigo gwa kabaka.
Awo Molidekai namubulira byona ebyamubako, 7
nebintu bwebyenkanira dala Kamani byeyasubiza
okusasula mu mawanika ga kabaka Olwabayuda-
ya, okubazikiriza. Era namuwa nebyagyibwa 8
ku kiwandiko ekyeteka eryalalikibwa mu Susani
okubazikiriza okulyolesa Eseza nokulimubulira;
nokumukutira aingire eri kabaka amwegairire
era asabire abantube mu masoge. Awo Kasaka 9
naja nabulira Eseza ebigambo bya Molidekai.
Awo Eseza nagamba Kasaka namuwa ebigambo 10
ebyokutwalira Molidekai, nti Abadu ba kabaka 11
bona nabantu abomumasaza ga kabaka bamanyi
nga buli muntu, oba musaja oba mukazi, anai-
ngiranga eri kabaka mu lugya olwomunda atai-

tidwa, waliwo eteka limu eri ye, atibwenga, wabula abo kabaka bagololera omugo ogwa zabu abere omulamu: naye nze siitibwanga okuingira
12 eri kabaka, enaku ziri amakumi asatu. Awo nebamubulira Molidekai ebigambo bya Eseza.
13 Awo Molidekai nabalagira okumudiza Eseza ebigambo nti Tolowozanga mu mwoyogwo nga gwogenda okuwona mu nyumba ya kabaka okusinga
14 Abayudaya bona. Kubanga bwonosirikira dala mu biro bino, awo okulokoka nokuwona kuliva awalala eri Abayudaya, naye gwe nenyumba ya kitawo balizikirira: era ani amanyi obanga oze mu bwakadulubale olwebiro ebifanana bwebityo?
15 Awo Eseza nabalagira okumudiza Molidekai ebi-
16 gambo nti Genda okunganye Abayudaya bona abaliwo mu Susani, munsibire, so temulya newakubade okunywa enaku satu emisana nekiro; era nange nabawala bange tunasiba bwetutyo: bwentyo bwendiingira era kabaka, ekitali kya mu
17 mateka: era bwendizikirira, ndizikirira. Awo Molidekai neyegendera nakola nga byona bwebyali Eseza byamulagide.

5

1 Awo olwatuka ku lunaku olwokusatu Eseza nayambala ebyambalobye ebya kadulubale, naimirira mu lugya olwomunda olwenyumba ya kabaka, okwolekera enyumba ya kabaka: kabaka natula ku ntebeye eyobwakabaka mu nyumba ya kabaka
2 okwolekera omuzigo gwenyumba. Awo olwatuka kabaka bweyalaba Eseza kadulubade ngaimiride mu lugya, awo naganja mu masoge: kabaka nagololera Eseza omugo ogwa zabu ogwali mu mukonogwe. Awo Eseza nasembera nakoma ku musa
3 gwomugo. Awo kabaka nalyoka amugamba nti Oyagala ki, kadulubale Eseza? era kiriwa kyewe-

gairira? onokiwebwa nokutusa ekitundu ekyobwakabaka. Awo Eseza nayogera nti Kabaka bwanasima, kabaka ne Kamani baje lero eri embaga gye'mufumbide. Awo kabaka nayogera nti Mwanguye Kamani kikolebwe nga Eseza bwayogede. Awo kabaka ne Kamani nebaja eri embaga Eseza gyeyali afumbye. Awo kabaka nagamba Eseza nga batude ku mbaga eyomwenge nti Osaba ki? era kinakukolerwa: era wegairira ki? kinatukirizibwa nokutusa ekitundu ekyobwakabaka. Awo Eseza nadamu nayogera nti Kyensaba era kyenegairira kye kino; obanga nganze mu maso ga kabaka, era kabaka bwanasima okumpa kyensaba, nokutukiriza kyenegairira, kabaka ne Kamani baje eri embaga gyendibafumbira, era enkya ndikola nga kabaka bwagambye. Awo Kamani nafuluma ku lunaku olwo ngasanyuse era ngajaguziza mu mwoyo: naye Kamani bweyalaba Molidekai mu muzigo gwa kabaka, nga taimirira songa tamusegulira, najula obusungu eri Molidekai. Era naye Kamani nazibikiriza nadayo eka; natuma naleta mikwanogye ne Zeresi mukaziwe. Awo Kamani nababulira ekitibwa kyobugagabwe, nabanabe bwebenkana obungi, nebigambo byona kabaka mweyamukuliza, era bweyamukuza okusinga abakungu ba kabaka nabadube. Era Kamani nayogera nti Wewawo, Eseza kadulubale teyaganya muntu yena kuingira wamu ne kabaka eri embaga gyeyali afumbye wabula nze; era nenkya ampise wamu ne kabaka. Naye ebyo byona tebiriko kyebingasa nga nkyalaba Molidekai ngatula ku muzigo gwa kabaka. Awo Zeresi mukaziwe ne mikwanogye bona nebamugamba nti Basimbe ekitindiro obuwanvu bwakyo emikono amakumi atano, enkya oyogere ne kabaka okuwanika Molidekai okwo: awo nolyoka oingira ne kabaka eri embaga ngosanyuka. Ekigambo ekyo nekimusanyusa Kamani; nasimbya ekitindiro.

4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14

6

1 Awo mu kiro ekyo kabaka natainza kwebaka;
nalagira okuleta ekitabo ekijukiza ekyebigambo
ebya buli lunaku, nebabisoma mu maso ga kabaka.
2 Awo nebasanga nga kiwandikibwa nga Molidekai
yabulira ebigambo bya Bigasana ne Teresi, babiri
ku balawe ba kabaka kwabo abakumanga olugi,
3 abagezako okukwata kabaka Akasuero. Awo
kabaka nayogera nti Kitibwa ki na bukulu ki
Molidekai byeyawebwa olwekyo? Awo abadu ba
kabaka abamuwerezanga nebogera nti Tewali ki-
4 ntu kyaweredwa. Awo kabaka nayogera nti Ani
ali mu lugya? Awo Kamani yali atuse mu lugya
olwebweru olwokunyumba ya kabaka, okwogera
ne kabaka okuwanika Molidekai ku kitindiro
5 kyeyali amusimbide. Awo abadu ba kabaka ne-
bamugamba nti Laba, Kamani aimiride mu lugya.
6 Kabaka nayogera nti Aingire. Awo Kamani nai-
ngira. Kabaka namugamba nti Omusaja kabaka
gwasanyukira okumusamu ekitibwa anakolebwa
ki? Awo Kamani nayogera mu mutimagwe nti
Ani kabaka gweyandisanyukide okumusamu eki-
7 tibwa okukira nze? Awo Kamani nagamba ka-
baka nti Omusaja kabaka gwasanyukira okumu-
8 samu ekitibwa, balete ebyambalo bya kabaka, ka-
baka byayambala, nembalasi kabaka gyeyebagala
era etikirwako ku mutwe engule eyobwakabaka:
9 bawe ebyambalo nembalasi mu mukono gwomu ku
bakungu ba kabaka abasinga ekitibwa, bambaze
nebyo omusaja kabaka gwasanyukira okumusamu
ekitibwa, era bamwebagaze embalasi okuita mu
lugudo olwekibuga, era balangire mu masoge nti
Bwatyo bwanakolebwa omusaja kabaka gwasanyu-
10 kira okumusamu ekitibwa. Awo kabaka nagamba
Kamani nti Yanguwa odire ebyambalo nembalasi
nga bwoyogede, okolere dala bwotyo Molidekai

Omuyudaya atula ku muzigo gwa kabaka : waleme okubulako nekimu kwebyo byona byoyogede.
Awo Kamani nadira ebyambalo nembalasi, naya- 11
mbaza Molidekai, namwebagaza okuita mu lugudo olwekibuga, nalangira mu masoge nti Bwatyo bwanakolebwa omusaja kabaka gwasanyukira okumusamu ekitibwa. Awo Molidekai nakomawo 12
eri omuzigo gwa kabaka. Naye Kamani nayanguwa nagenda ewuwe, nganakuwade era ngabise ku mutwegwe. Awo Kamani nabulira Zeresi 13
mukaziwe ne mikwanogye bona byona ebyamubadeko. Awo abasajabe abagezi ne Zeresi mukaziwe nebamugamba nti Molidekai gwotanulide okugwa mu masoge, obanga wa ku zade lya Bayudaya, toja kumusinga, naye tolirema kugwa mu masoge.
Awo bwebali nga bakyayogera naye, abalawe ba 14
kabaka nebaja, nebanguwa okuleta Kamani eri embaga Eseza gyeyali afumbye.

7

Awo kabaka ne Kamani nebaja eri embaga 1
wamu ne Eseza kadulubale. Awo kabaka namu- 2
gamba nate Eseza ku lunaku olwokubiri nga batude ku mbaga eyomwenge nti Kiki kyosaba, kadulubale Eseza, era onokiwebwa : era kiki kyewegairira ? okutusa ekitundu ebyobwakabaka kinatukirizibwa. Awo Eseza kadulubale nadamu 3
nayogera nti Obanga nganze mu masogo, ai kabaka, era kabaka bwanasima, mpebwe obulamu bwange olwokusaba kwange, nabantu bange olwokwegairira kwange : kubanga tutundidwa, nze 4
nabantu bange okuzikirizibwa, okutibwa nokubula. Naye singa tutundidwa okuba abadu nabazana, nandisirise, newakubade ngomulabe teyandiinziza kuliwa kabaka byeyandifiridwa. Awo 5
kabaka Akasuero nalyoka ayogera nagamba

Eseza kadulubale nti Ani era alirudawa ayanganga okugezako mu mutimagwe okukola bwa-
6 tyo? Awo Eseza nayogera nti Omulabe era atukyawa, Kamani ono omubi. Awo Kamani
7 natya mu maso ga kabaka ne kadulubale. Awo kabaka nagolokoka ngaliko ekiruwi nava ku mbaga eyomwenge (naingira) mu lusuku olwomulubiri: Kamani naimirira okusaba obulamubwe eri Eseza kadulubale; kubanga yalaba
8 obubi kabaka bwamutesere'za. Awo kabaka nakomawo ngava mu lusuku olwomulubiri naingira mu kifo ekyembaga eyomwenge; awo Kamani ngagude ku kitanda Eseza kweyali. Awo kabaka nayogera nti Nokukwata anakwatira kadulubale mu maso gange mu nyumba? Ekigambo nga kiva mu kamwa ka kabaka, nebamubikako
9 Kamani amaso. Awo Kalabona, omu ku balawe abali mu maso ga kabaka, nayogera nti Era, laba, ekitindiro obuwanvu bwakyo emikono amakumi atano Kamani kyakolede Molidekai eyayogerera kabaka ebirungi kiimiride mu nyumba ya Kamani. Kabaka nayogera nti Mumuwanike okwo.
10 Awo nebamuwanika Kamani ku kitindiro kyeyali asimbide Molidekai. Awo obusungu bwa kabaka nebukakana.

8

1 Awo ku lunaku olwo kabaka Akasuero nawa Eseza kadulubale enyumba ya Kamani omulabe Wabayudaya. Awo Molidekai naja mu maso ga kabaka; kubanga Eseza yali amubulide bweya-
2 muli. Awo kabaka nananula empetaye gyagye ku Kamani nagimuwa Molidekai. Awo Eseza nateka Molidekai okuba omukulu wenyumba
3 ya Kamani. Awo Eseza nayogera nate lwa kubiri mu maso ga kabaka, navunama awali

ebigerebye namwegairira ngakaba amaziga okugyawo obubi bwa Kamani Omwagaga nolukwerwe lweyali asalide Abayudaya. Awo kabaka namugololera Eseza omugo ogwa zabu. Awo Eseza nagolokoka naimirira mu maso ga kabaka. Nayogera nti Kabaka bwanasima, era obanga nganze mu masoge, nekigambo ekyo bwekinafanana ekyensonga mu maso ga kabaka, nange obanga 'musanyusa, bawandike okujulula ebaluwa Kamani mutabani wa Kamedasa Omwagaga zeyatesa, zeyawandika okuzikiriza Abayudaya abali mu masaza gona aga bakaka: kubanga nyinza ntya okugumikiriza okutunulira obubi obulija ku bantu bange? oba nyinza ntya okugumikiriza okutunulira baganda bange nga babazikiriza? Awo kabaka Akasuero nagamba Eseza kadulubale ne Molidekai Omuyudaya nti Laba, muwade Eseza enyumba ya Kamani, naye bamuwanise ku kitindiro, kubanga yateka omukonogwe ku Bayudaya. Era mubawandikire Nabayudaya, nga bwemusima, mu linya lya kabaka, mugiseko akabonero nempeta ya kabaka: kubanga ekiwandiko ekiwandikibwa mu linya lya kabaka era ekitekedwako akabonero nempeta ya kabaka, tewali muntu ainza okukijulula. Awo mu biro ebyo nebaita abawandisi ba kabaka mu mwezi ogwokusatu, gwe mwezi Sivani, ku (lunaku) lwagwo olwamakumi abiri mu satu; era byona nebiwandikibwa Molidekai byeyalagira eri Abayudaya neri abamasaza nabami abafuga nabakulu bamasaza abaliwo okuva Ebuindi okutusa ku Bwesiyopya, amasaza kikumi mwabiri mu musanvu, eri buli saza ngokuwandika kwalyo bwekwali, neri buli gwanga ngolulimi lwabwe bwerwali, neri Abayudaya ngokuwandika kwabwe bwekwali era ngolulimi lwabwe bwerwali. Era nawandika mu linya lya kabaka Akasuero nagisako akabonero nempeta ya kabaka nawereza ebaluwa ezitwalibwa ababaka abebagala embalasi,

abebagade ebisolo ebyembiro ebyakolanga omulimu gwa kabaka, ebyazalibwa mu bisibo (bya
11 kabaka) : era mwezo kabaka nalagira Abayudaya abali mu buli kibuga okukungana nokwesibira obulamu bwabwe okuzikiriza, okuta, nokumalawo obuinza bwona obwabantu nesaza abagala okubalumba, abana (babwe) abato ne bakazi (babwe), nokutwala omunyago gwabwe okuba omuigo,
12 ku lunaku lumu mu masaza gona aga kabaka Akasuero, ku (lunaku) olwekumi nesatu olwo-
13 mwezi ogwekumi nebiri, gwe mwezi Adala. Awo nebalalika amawanga gona ebyagyibwa ku kiwandiko, ekiragiro kirangirwe mu buli saza, era Abayudaya babenga betekedetekede olunaku
14 olwo okuwalana egwanga ku balabe babwe. Awo ababaka abebagala ebisolo ebyembiro ebyakolanga omulimu gwa kabaka nebagenda, ekiragiro kya kabaka nga kibakubiriza era nga kibanguya ; awo
15 ekiragiro nekirangirwa mu Susani olubiri. Awo Molidekai nafuluma mu maso ga kabaka ngayambade ebyambalo bya kabaka ebya kaniki nebyeru, era ngatikide engule enene eya zabu, era ngayambade omunagiro ogwa bafuta enungi nolugoye olwefulungu : awo ekibuga Susani nekyoge-
16 rera wagulu nekisanyuka. Awo Abayudaya nebaba nomusana nesanyu, nokujaguza nekitibwa.
17 Awo mu buli saza ne mu buli kibuga, ekiragiro kya kabaka netekalye buli gyebyatukanga, Abayudaya nebaba nesanyu nokujaguza, embaga nolunaku olulungi. Awo bangi abomumawanga agomunsi nebafuka Abayudaya; kubanga entisa Eyabayudaya yali ebagudeko.

9

1 Awo mu mwezi ogwekumi nebiri, gwe mwezi Adala, ku lunaku lwagwo olwekumi nesatu, ekiragiro kya kabaka netekalye bwebyali binatera

okutukirizibwa, ku lunaku abalabe Babayudaya kwebasubirira okubafuga; naye nekikyuka okubevununlira, Abayudaya nebafuga abo ababakyawa;
awo Abayudaya nebakungana mu bibuga byabwe 2
okubuna amasaza gona aga kabaka Akasuero, okukwata abo abali bagala okubakola obubi: so tewali muntu eyainza okubaziiza; kubanga entisa yabwe yali egude ku mawanga gona. Awo aba- 3
kungu bona abamasaza nabasigire nabami abafuga nabo abakola omulimu gwa kabaka nebabera Abayudaya; kubanga entisa ya Molidekai ngebagudeko. Kubanga Molidekai yali mukulu mu nyumba 4
ya kabaka, netutumolye neryatikirira okubuna amasaza gona: kubanga omusaja oyo Molidekai neyeyongerayongera obukulu. Awo Abayudaya 5
nebata abalabe babwe bona nga babakuba nekitala, nga babazikiriza nga babamalawo, nebabakola nga bwebayagala abo ababakyawa. Ne mu Susani 6
olubiri Abayudaya nebata nebazikiriza abasaja ebikumi bitano. Awo Palasandasa ne Dalifoni 7
ne Asipasa ne Polasa ne Adaliya ne Alidasa 8
ne Palamasita ne Alisai ne Alidai ne Vaizasa, 9
batabani ekumi aba Kamani mutabani wa Kame- 10
dasa omulabe Wabayudaya nebabata; naye nebatasako mukono gwabwe ku munyago. Ku lunaku 11
olwo omuwendo gwabo abatirwa mu Susani olubiri neguletebwa mu maso ga kabaka. Awo 12
kabaka nagamba Eseza kadulubale nti Abayudaya base bazikiri'za abasaja ebikumi bitano mu Susani olubiri ne batabani ba Kamani ekumi; kale kyebakoze mu masaza amalala aga kabaka kyenkana wa! Kiki no kyosaba? era onokiwebwa: oba kiki kyewegairira nate? era kinakolebwa. Awo 13
Eseza nayogera nti Kabaka bwanasima, Abayudaya abali mu Susani bawebwe okukola nenkya ngekiragiro ekya lero bwekibade, era batabani ba Kamani ekumi bawanikibwe ku kitindiro. Awo 14
kabaka nalagira bakole bwebatyo: awo nebala-

ngira eteka mu Susani; nebawanika batabani ba
15 Kamani ekumi. Awo Abayudaya abali mu Susani
nebakunganira ne ku lunaku olwekumi nenya
olwomwezi Adala, nebata abasaja ebikumi bisatu
mu Susani; naye nebatasako mukono gwabwe ku
16 munyago. Awo Abayudaya abalala abali mu ma-
saza ga kabaka nebakungana nebesibira obulamu
bwabwe, nebaba nokuwumula eri abalabe babwe,
nebata kwabo ababakyawa obukumi musanvu
mwenkumi tano; naye nebatasako mukono gwa-
17 bwe ku munyago. (Ebyo byabawo) ku lunaku
olwekumi nesatu olwomwezi Adala; ne ku lunaku
lwagwo olwekumi nenya nebawumula, nebalufula
olunaku olwokulirako embaga nolwokusanyuki-
18 rako. Naye Abayudaya abali mu Susani nebaku-
nganira ku (lunaku) lwagwo olwekumi nesatu ne
ku lunaku lwagwo olwekumi nenya; ne ku
(lunaku) lwagwo olwekumi netano nebawumula,
nebalufula olunaku olwokulirako embaga nolwo-
19 kusanyukirako. Abayudaya abomubyalo ababera
mu bibuga ebitaliko bugwe kyebava bafula olunaku olwekumi nenya olwomwezi Adala (olunaku) olwokusanyukirako nokulirako embaga era olunaku olulungi era olwokuwerezaganirako emigabo.

20 Awo Molidekai nawandika ebyo, nawereza eba-
luwa Abayudaya bona abali mu masaza gona aga
21 kabaka Akasuero, abokumpi nabewala, okubala-
gira okukwatanga olunaku olwekumi nenya olwo-
mwezi Adala, nolunaku lwagwo olwekumi netano,
22 buli mwaka, nga ze naku Abayudaya kwebafunira
okuwumula eri abalabe babwe, nomwezi ogwaba-
fukira ogwesanyu okuva mu buinike, era olunaku
olulungi okuva mu kunakuwala: bazifule enaku
ezokulirako embaga nezokusanyukirako nezoku-
werezaganirako emigabo nezokuwererezako abaru
23 ebirabo. Awo Abayudaya nebasubiza okukolanga
nga bwebatanula, era nga Molidekai bweyabawa-

ndikira ; kubanga Kamani mutabani wa Kame- 24
dasa Omwagaga omulabe Wabayudaya bona yali
ateseza eri Abayudaya okubazikiriza, era yali
akubye Puli, bwe bululu, okubamalawo nokuba-
zikiriza ; naye (ekigambo) bwekyatuka mu maso 25
ga kabaka nalagirira mu baluwa olukwerwe olubi
lweyali asalide Abayudaya lude ku mutwegwe
ye ; era ye ne batabanibe bawanikibwe ku kiti-
ndiro. Enaku ezo kyebava bazituma Pulimu 26
ngerinya lya Puli bweriri. Awo olwebigambo
byona ebyomubaluwa eno nolwebyo byebalaba
mu kigambo ekyo nekyo ekyababako, Abayudaya 27
kyebava balagira nebasubiza nebasubiriza ezade
lyabwe nabo bona abanegatanga nabo, kireme
okugwawo, okukwatanga enaku ezo zombi ngeki-
wandiko kyazo bwekyali era ngebiro byazo bwe-
byali ebyatekebwawo buli mwaka ; era okujukira- 28
nga nokukwatanga enaku ezo okubuna emirembe
gyona, na buli kika, na buli saza, na buli kibuga ;
era enaku zino eza Pulimu zireme okugwawo mu
Bayudaya, newakubade ekijukizo kyazo kireme
okubula eri ezade lyabwe. Awo Eseza kadulu- 29
bale muwala wa Abikairi ne Molidekai Omuyu-
daya nebawandika nobuinza bwona okunyuweza
ebaluwa eyo eyokubiri eya Pulimu. Nawereza 30
Abayudaya bona ebaluwa, mu masaza ekikumi
mwamakumi abiri mu musanvu agobwakabaka
bwa Akasuero, (nga zirimu) ebigambo ebyemi-
rembe namazima, okunyuweza enaku ezo eza 31
Pulimu mu biro byazo ebyatekebwawo, nga Moli-
dekai Omuyudaya ne Eseza kadulubale bwebaba-
lagira, era nga bwebetekera bo be nyini nezade
lyabwe mu bigambo ebyokusiba nokukaba kwa-
bwe. Awo ekiragiro kya Eseza nekinyuweza 32
ebigambo ebyo ebya Pulimu ; nekiwandikibwa
mu kitabo.

10

1 Awo kabaka Akasuero nasalira ensi omusolo,
2 nebizinga ebyomunyanja. Era ebikolwa byona
ebyobuinzabwe namanyige nokutegereza dala obu-
kulu bwa Molidekai bwebwenkana kabaka bweya-
mukuza, tebyawandikibwa mu kitabo ekyebyomu-
mirembe gya bakabaka Bebumedi Nebuperesi?
3 Kubanga Molidekai Omuyudaya yadirira kabaka
Akasuero, era yali mukulu mu Bayudaya, era
yakirizibwa ekibina kya bagandabe; ngayagala
okukola abantube obulungi, era ngabulira eza-
derye lyona emirembe.

EKITABO

KYA

YOBU.

1

WALIWO omusaja munsi Uzi, erinyalye Yobu ; 1
era omusaja oyo yatukirira era nga wa mazima,
era ngatya Katonda neyewala obubi. Nazalirwa 2
abana abobulenzi musanvu nabobuwala basatu.
Era ebintubye byali endiga kasanvu nengamira 3
enkumi satu nemigogo gvente ebikumi bitano
nendogoi enkazi ebikumi bitano nabadu bangi nyo
nyini ; omusaja oyo naba mukulu okusinga abana
bona abebuvanjuba. Batabanibe nebagendanga 4
nebafumba embaga mu nyumba ya buli muntu ku
lunakulwe ; nebatuma nebaita banyina babwe
abasatu okulya nokunywa nabo. Awo olwatuka 5
enaku zembaga yabwe bwezaitawo, Yobu natuma
nabatukuza, nagolokoka enkya mu makya, nawayo
ebiwebwayo ebyokebwa ngomuwendo gwabwe
bona bwegwali : kubanga Yobu nayogera nti Mpo-
zi batabani bange bononye, nebegana Katonda mu
mitima gyabwe. Bwatyo Yobu bweyakolanga
olutata.

Awo olunaku lwali lumu abana ba Katonda 6
nebaja okukika mu maso ga Mukama, ne Setani

7 naye najira mubo. Mukama nagamba Setani nti
Ova wa? Awo Setani namudamu Mukama nayo-
gera nti Nva kudingana munsi nokutambulatambu-
8 la omwo eruwi neruwi. Mukama nagamba Setani
nti Olowozeza omudu wange Yobu? kubanga
tewali amufanana munsi, omusaja eyatukirira era
9 owamazima, atya Katonda neyewala obubi. Awo
Setani namudamu Mukama nayogera nti Yobu
10 amutīra bwerere Katonda? Tomukomerede luko-
mera okumwetolola ye nenyumbaye ne byona
byalina, enjuwi zona? owade omukisa omulimu
11 gwengaloze, nebintubye byaze munsi. Naye kaka-
no golola omukonogwo okome ku byona byalina,
12 awo alikweganira mu masogo. Mukama nagamba
Setani nti Laba, byona byalina biri mu mukono-
gwo; kyoka kuye ye nyini togolola mukonogwo.
Awo Setani nava awali Mukama.

13 Awo olunaku lwali lumu batabanibe ne bawa-
labe bwebali nga balīra era nga banywera omwe-
nge mu nyumba ya muganda wabwe omukulu,
14 omubaka naja eri Yobu nayogera nti Ente zibade
nga zirima, nendogoi nga ziziriranye nga zirya;
15 Abaseba nebazigwako nebazitwala; wewawo, base
abadu nobwogi bwekitala; nange nzeka mponye
16 omuntu omu okukubulira. Yali ngakyayogera,
omulala naja naye nayogera nti Omuliro gwa
Katonda gugude nga guva mu gulu, era gwoke'za
endiga nabadu negubazikiriza; nange nzeka mpo-
17 nye omuntu omu okukubulira. Yali ngakyayo-
gera, omulala naja naye nayogera nti Abakalidaya
befude ebibina bisatu, nebagwa ku ngamira, era
bazitute, wewawo, era base abadu nobwogi bweki-
tala; nange nzeka mponye omuntu omu okuku-
18 bulira. Yali ngakyayogera, omulala naja naye
nayogera nti Batabanibo ne bawalabo bali nga
balira era nga banywera omwenge mu nyumba ya
19 muganda wabwe omukulu: awo, laba, embuyaga
nyingi nezija nga ziva mu lukola, nezikuba enso-

nda enya ezenyumba, negwa ku balenzi, era bafude; nange nzeka mponye omuntu omu okukubulira. Awo Yobu nagolokoka nayuza omunagirogwe namwa omutwe navunama ku taka nasinza; nayogera nti Nava mu lubuto lwa mange nga ndi mwerere, era ndidayo nga mwerere: Mukama ye yawa, era Mukama yagyewo; erinya lya Mukama lyebazibwe. Mwebyo byona Yobu teyayononanga, so teyavuma Katonda busirusiru.

2

Awo nate olunaku lwali lumu abana ba Katonda nebaja okukĩka mu maso ga Mukama, ne Setani naye najira mubo okukika mu maso ga Mukama. Mukama nagamba Setani nti Ova wa? Setani namudamu Mukama nayogera nti Nva kudingana munsi nokutambulatambula omwo eruwi neruwi. Mukama nagamba Setani nti Oloweze'za omudu wange Yobu? kubanga tewali munsi amufanana, omusaja eyatukirira era owamazima, atya Katonda neyewala obubi: era akyanyuweza obutayononabwe, newakubade nga wansakiriza gyali, okumuzikiririza obwerere. Setani namudamu Mukama nayogera nti Ediba olwediba, wewawo, byona omuntu byalina alibiwayo olwobulamubwe. Naye kakano golola omukonogwo, okome ku magumbage ne ku mubirigwe, era alikweganira mu masogo. Mukama nagamba Setani nti Laba, ali mu mukonogwo; kyoka mulekere obulamubwe. Awo Setani nava awali Mukama, nalwaza Yobu amayute amazibu okuva ku bigerebye munda okutuka ku bwezingebwe. Nadira olugyo okweyaguza; natula mu'vu. Awo mukaziwe namugamba nti Okyanyuweza obutayononabwo? wegane Katonda ofe. Naye namugamba nti Oyogera ngomu ku bakazi abasirusiru bwebogera. Owa! tunawebwanga ebi-

rungi mu mukono gwa Katonda netutawebwa bibi? Mwebyo byona Yobu teyayonona na mimwagye.

11 Awo mikwano ba Yobu abasatu bwebawulira obubi buno bwona obumujide, nebaja buli muntu ngava mu kifokye ye; Erifazi Omutemani, ne Biridada Omusuki, ne Zofala Omunaamasi: nebalagana wamu okuja okumukabirako nokumuku-
12 bagiza. Awo bwebaimusa amaso gabwe (nga bakyali) wala nebatamumanya, nebaimusa edobozi lyabwe nebakaba; nebayuza buli muntu omunagirogwe, nebafumula enfufu ku mitwe gyabwe eri
13 egulu. Awo nebatula wamu naye ku taka nebamala enaku musanvu emisana nekiro, newataba amugamba kigambo: kubanga balaba enakuze nga nyingi nyo.

3

1 Awo Yobu nalyoka ayasama akamwa nakolimira
2 olunakulwe. Yobu nadamu nayogera nti
3 Olunaku luzikirire kwenazalirwa,
Nekiro ekyayogera nti Omwana owobulenzi ali mu lubuto.
4 Olunaku olwo lube ekizikiza;
Katonda aleme okulutunulira ngaima wagulu,
So nomusana guleme okulwakira.
5 Ekizikiza nekisikirize ekyokufa biruite olwabyo;
Ekire kirutuleko;
Byona ebidugaza obude birutise.
6 Ekiro ekyo ekizikiza ekikute kikinyage:
So luleme okusanyukira mu naku ezomumwaka;
Luleme okutuka mu muwendo gwemyezi.
7 Laba, ekiro ekyo kibe kigumba;
Luleme okujirwa edobozi eryesanyu.

Abo balukolimire abakolimira obude, 8
Abetesetese okusa'gula gonya.
Emunyenye ezekiro kyalwo zibeko ekizikiza : 9
Lunonye omusana, naye nerutaba nagwo ;
So terutunulira bikowe bya nkya :
Kubanga terwa'gala nzigi za lubuto lwa (mange), 10
So terwakisa maso gange obuinike.
Kiki ekyandobera okufa okuva mu lubuto ? 11
Kiki ekyandobera okuta obulamu bwenava mu byenda.
Amavivi gānzikiririza ki ? 12
Oba amabere, okuyonka ?
Kubanga kakano nandigalamide nensirika ; 13
Nandyebase ; bwentyo bwenandiwumude :
Wamu ne bakabaka nabakungu bensi, 14
Abezimbira mu matongo ;
Oba wamu nabalangira abālina ezabu, 15
Abajuza enyumba zabwe efeza :
Oba ngomwana omusowole akwekebwa sandi- 16
badewo ;
Ngabana abawere abatalabanga ku musana na katono.
Eyo ababi gyabalekerayo okuteganya ; 17
Era eyo abakowu gyebawumulira.
Eyo abasibe gyebe'siza wamu ; 18
Tebawulira dobozi lya mukoza.
Omuto nomukulu bali eyo ; 19
Nomudu aba wa dembe eri mukamawe.
Alaba obuinike awererwa ki omusana ? 20
Nobulamu abuwerwa ki oyo alumidwa omwoyo ;
Abegomba okufa, naye nekutaja ; 21
Nebakusimira okusinga obugaga obukwekedwa ;
Abasanyuka enyo nyini, 22
Nebajaguza, bwebainza okulaba entana ?
Omuntu akwekedwa ekubolye (awerwa ki omu- 23
sana),
Era Katonda gwakomerede ekomera ?
Kubanga okusinda kwange kuja nga sinalya, 24

Nokuwuluguma kwange kufukibwa ngama'zi.
25 Kubanga kyentide kunjijako,
Nekyo kyenkankanira kija gyendi.
26 Sesa so siterera so siwumula;
Naye enaku zija.

4

1 Awo Erifazi Omutemani nadamu nayogera nti
2 Omuntu bwanagezako okwogera nawe, ononyiga?
Naye ani ainza okuzibikiriza obutayogera?
3 Laba, waigiriza bangi,
Era wanyuweza emikono eminafu.
4 Ebigambobyo byamuwanirira oyo eyali agude,
Era wawa amanyi amavivi agadirira.
5 Naye kakano kituse gyoli nozirika;
Kikukomako neweralikirira.
6 Okutyakwo (Katonda) sibwe bwesigebwo,
Namakubogo amagolokofu sikwe kusubirakwo?
7 Nkwegairide, jukira, ani eyali abuze nga taliko musango?
Oba abatukirivu bali bamalidwawo wa?
8 Nga bwenalaba, abo abakabala obujemu,
Nebasiga obuinike, era byebakungula.
9 Bazikirira olwomuka gwa Katonda,
Era bamalibwawo olwokuwuma kwobusungubwe.
10 Okuwuluguma kwempologoma nedobozi lyempologoma enkambwe,
Namanyo gempologoma ento gamenyeka.
11 Empologoma enkulu efa omuigo nga gugibuze,
Nabana bempologoma nebasasana.
12 Awo ekigambo kyandeterwa kyama,
Nokutu kwange nekutola okuwuma kwakyo.
13 Mu kulowoza okuva mu kwolesebwa okwekiro,
Otulo otungi bwetukwata abantu,
14 Entisa nenkwata nokukankana,
Amagumba gange gona nokunyenya neganyenya.
15 Awo omwoyo neguita ku maso gange;

Enviri ezomubiri gwange nezinva ku mutwe.
Gwaimirira buimirizi, naye nesiinza kwetegereza 16
bwegufanana;
Ekifananyi kyali mu maso gange:
(Waliwo) okusirika, nempulira edobozi (eryogera
nti)
Omuntu afa alisinga Katonda obutukirivu? 17
Omuntu aliba mulongofu okukira eyamukola?
Laba, teyesiga badube; 18
Ne bamalaikabe abalanga obusirusiru:
Talisinga nyo (kubalanga) abo abasula mu 19
nyumba ezetaka,
Omusingi gwabwe guli mu nfufu,
Ababetentebwa okusoka ekiwojolo!
Bazikiririra mu kisera ekiri wakati wenkya 20
nakawungezi:
Babula emirembe gyona nga tewali akisako
mwoyo.
Omugwa gwabwe ogwewema tegusimbulwa mu- 21
nda yabwe?
Bafa, era awatali magezi.

5

Kowola no; waliwo anakuitaba? 1
Era ani ku batukuvu gwonokyukira?
Kubanga okweralikirira ku'ta omusirusiru, 2
Nobugya bu'ta atalina magezi.
Nalaba omusirusiru ngasimba emizi: 3
Naye amangwago nenkolimira ekifo kyaberamu.
Abanabe baba wala nemirembe, 4
Era babetentebwa mu muzigo,
So tewali wa kubawonya.
Omwaka gwabwe omuyala agulya, 5
Nagugya ne mu magwa,
Nomutego guwankirawankira ebintu byabwe.
Kubanga okulaba enaku tekuva mu nfufu, 6
So nobuinike tebuva mu taka;

7 Naye abantu bazalirwa obuinike,
Ngensasi bwezibuka wagulu.
8 Naye nze, njagala okunonya Katonda,
Era njagala okulekera Katonda ensonga yange:
9 Akola ebikulu ebitanonyezeka;
Ebyekitalo ebitabalika:
10 Atonyesa enkuba kunsi,
Nasindika ama'zi ku nimiro:
11 Awo nagulumiza abo abatowazibwa;
Nabo abali mu naku nebasitulibwa nebaba mirembe.
12 A'ta enkwe ezabagerengetanya,
Emikono gyabwe negitainza kutukiriza byebatandise.
13 Akwasa abagezi olukwe lwabwe bo:
Nokutesa kwabekyejo kumenyekera dala.
14 Baba nekizikiza emisana,
Era bawamanta mu tuntu nga kiro.
15 Naye alokola mu kitala ekyakamwa kabwe,
Alokola eyetaga mu mukono gwowamanyi.
16 Awo omwavu naba nokusubira,
Obutali butukirivu nebuziba akamwa kabwo.
17 Laba, aweredwa omukisa omuntu Katonda gwakangavula:
Kale tonyoma kubulirira Kwomuinza webintu byona.
18 Kubanga yalumya, era yanyiga;
Yafumita era engaloze ze ziwonya.
19 Alikuwonya mu buinike omukaga;
Wewawo, mu musanvu tewaliba bubi obulikukomako.
20 Mu njala alikununula obutafa;
Ne mu ntalo alikuwonya mu manyi gekitala.
21 Olikwekebwa awali okubambula kwolulimi;
So tolitya kuzikirira bwekulija.
22 Onosekereranga okuzikirira nenjala;
So tolitya nsolo za kunsi.
23 Kubanga oliragana endagano namainja agomutale:

Nensolo ezomunsiko zinabanga nemirembe gyoli.
Era olimanya ngewemayo eri mirembe; 24
Era olirambula ekisibokyo notobulwa kintu.
Era olimanya ngezaderyo liriba kulu, 25
Nendayo ngomudo ogwetale.
Olituka mu ntanayo ngowezeza emyaka mingi, 26
Ngekinywa kyengano bwekija mu ntuko zakyo.
Laba, ekyo twakikebera, bwekiri bwekityo; 27
Kiwulire okimanye olyoke obere bulungi.

6

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Singa okweralikirira kwange kupimidwa, 2
Nenaku zange singa zitekedwa mu minzani wamu!
Kubanga kakano zandisinze obuzito omusenyu 3
ogwenyanja:
Ebigambo byange kyebivude bibera ebyokwanguiriza.
Kubanga obusale Bwomuinza webintu byona buli 4
munda yange,
Nobusagwa bwabwo omwoyo gwange gubunywa:
Ebyentisa ebya Katonda bisimba enyiriri okulwana nange.
Entulege ekaba bweba nomudo? 5
Oba ente engonga awali emere yayo?
Ekitalimu nsa erika awatali munyo? 6
Oba olububi lwegi luliko bweruwoma?
Ememe yange egana okubikomako; 7
Biri nganga ebyokulya ebyomuzizo gyendi.
Singa nyinza okuwebwa kyensaba; 8
Katonda singa ampade kyenegomba!
Katonda singa asimye okumbetenta; 9
Singa ayanjulu'za engaloze na'malawo!
Awo bwenandibade nokusanyusibwa nga maze; 10
Wewawo, nandijaguziza olwokulumwa awatali kusasirwa:

Kubanga siganananga bigambo bya Mutukuvu.
11 Amanyi gange kye ki nindirire?
Nenkomererо yange kye ki ngumikirize?
12 Amanyi gange manyi ga mainja?
Oba omubiri gwange gwa kikomo?
13 Si kubanga sirina kimbera munze?
Nokukola okwamanyi kugobedwa dala gyendi?
14 Ayagala okuzirika (agwana) mukwanogwe (okumukola) ebyekisa;
Era noyo aleka okutya Omuinza webintu byona.
15 Baganda bange balimbyerimbye ngakaga,
Ngolusalosalo lwobuga olugwawo;
16 Obudugala olwama'zi agakute,
(Era) omuzira mwegwekweka:
17 Buli lwebubuguma, nebubula:
Olubugumu bwerubawo, bumalibwawo okuva mu kifo kyabwo.
18 Esafali (ezitambula) ku mabali gabwo nezikyama;
Bambuka mu dungu nebazikirira.
19 Esafali Ezetema zatunula,
Ebibina Ebyeseba byabulindirira.
20 Bākwatibwa ensonyi kubanga bāsubira;
Baja eyo nebaswazibwa.
21 Kubanga kakano temuliko kyemuli;
Mulaba ekitisa nemutya.
22 Nali mbagambye nti Mpa?
Oba nti Muweyo ku bintu byamwe ekirabo kulwange?
23 Oba nti Mumponye mu mukono gwomulabe?
Oba nti Mu'nunule mu mukono gwabajozi?
24 Munjigirize nange nasirika:
Era muntegeze bwekiri kyenasobya.
25 Ebigambo ebyobugolokofu nga bya manyi!
Naye okuwakana kwamwe kunenya ki?
26 Mulowoza okunenya ebigambo?
Kubanga okwogera kwoyo atalina subi biri nganga empewo.
27 Wewawo, mwandikubide (obululu) atalina kitawe

Ne mukwano gwamwe mwandimuvisizamu amagoba.
Kale no mukirize okuntunulira; 28
Kubanga mazima sija kulimba mu maso gamwe.
Mudeyo, mbegairide, waleme okubawo ebitali bya 29
nsonga;
Wewawo, mudeyo nate, ensonga yange nungi.
Ku lulimi lwange kuliko ebitali bya nsonga? 30
Amatama gange tegainza kwawula bigambo ebireta akabi?

7

Abantu tebalina lutalo kunsi? 1
Nenaku zabwe tezifanana naku zoyo akolera empera?
Ngomudu ayayanira enyo ekisikirize, 2
Era ngoyo akolera empera bwasubira emperaye:
Bwentyo nange bwemazibwa emyezi egitaliko 3
kyegigasa,
Nebisera ebyekiro ebinkoya byantekerwawo.
Bwengalamira nenjogera nti 4
Naimuka di? naye ekiro kirwawo;
Era nenyenyanyenya nyo nenkesa obude.
Omubiri gwange gwambade envunyu namafu- 5
nfugu genfufu;
Ediba lyange liziba neritulika nate.
Enaku zange ziwulukuka mangu okusinga obu- 6
tanta bwomulusi wengoye,
Era zigwawo awatali subi.
Wowe, jukira ngobulamu bwange mpewo: 7
Amaso gange tegakyalaba nate birungi.
Eriso lyoyo andaba terikyandaba nate: 8
Amaso gange galiba kunze, naye nga siriwo.
Ekire nga bwekigwawo nekibula, 9
Bwatyo noyo aka mu magombe talirinya okuvayo.

10 Talida nate mu nyumbaye,
So nekifokye tekirimumanya nate.
11 Kyenava nema okuziiza akamwa kange ;
Nayogeza obubalagaze bwomwoyo gwange ;
Nemulugunyisa obuinike bwememe yange.
12 Nze nyanja, oba lukwata,
Nokusako nonzisako abankuma ?
13 Bwenjogera nti Ekitanda kyange kinansanyusa,
Ekiriri kyange kinawumuza okwemulugunya kwange ;
14 Awo nolyoka ontisa nebiroto,
Nonkanga nokwolesebwa :
15 Ememe yange nokweroboza neyeroboza okutugibwa,
Nokufa okusinga amagumba gange (gano).
16 Ntamidwa (obulamu bwange) ; sagala kuba mulamu enaku zona :
Ndeka ; kubanga enaku zange tezirimu.
17 Omuntu kye kiki, gwe okumukuza,
Era gwe okumusako omwoyogwo.
18 Nokumujira buli nkya,
Nokumukema buli kasera ?
19 Olitusa wa obutanziyako maso,
Nobutandeka okumala okumira amalusu gange ?
20 Obanga nyononye, nkukola ki gwe, gwe alabirira abantu ?
Kiki ekyakuntesawo okuba sabawa gyoli,
Nokuzitowa nenezitowerera nza nzeka ?
21 Era kiki ekikulobera okusonyiwa okusobya kwange nokugyawo obutali butukirivu bwange ?
Kubanga kakano nagalamira mu nfufu ;
Nawe oli'nonyeza dala, naye nze nga siriwo.

8

Awo Biridada Omusuki nadamu nayogera nti 1
Olitusa wa okwogera ebyo ? 2
Era ebigambo ebyomukamwako biritusa wa okuba ngempewo eyamanyi ?
Katonda anyola omusango ? 3
Oba Omuinza webintu byona anyola ensonga ?
Abanabo obanga bamwonona, 4
Ye nabagabula mu mukono gwokusobya kwabwe :
Bwonokiriza okunonyeza dala Katonda, 5
Newegairira Omuinza webintu byona ;
Singa obade mulongofu era wa mazima ; 6
Teyandiremye no okukuzukukira,
Nawa omukisa ekifo omubera obutukirivubwo.
Okusokakwo newakubade nga kwali kutono, 7
Naye enkomereroyo eyoluvanyuma yandyeyongede nyo.
Kubanga buza abemirembe egyasoka, nkwegai- 8
ride,
Okebere ebyo bajaja babwe byebanonyeza dala :
[Kubanga tuli ba jo, so tetuliko kyetumanyi, 9
Kubanga enaku zafe zetumala kunsi kisikirize :]
Bo tebalikuigiriza nebakubulira, 10
Nebogera ebigambo ebiva mu mutima gwabwe ?
Ekitogo kiinza okukula awatali bitosi ? 11
Olulago luinza okumera awatali ma'zi ?
Nga lukyali lubisi nga terunatemebwa, 12
Luwotoka okusoka omudo (omulala) gwona.
Bwegatyo bwegabera amakubo ga bona abamwe- 13
rabira Katonda ;
Nesubi lyoyo atatya Katonda liribula :
Obwesigebwe bulikutuka, 14
Nekyo kyeyesiga ngoye za nabubi.
Alyesigama ku nyumbaye, naye teriimirira : 15
Aliginyuwererako, naye teriguma.

16 Ayerera mu maso genjuba,
Namalagalage galanda okubuna olusukulwe.
17 Emizigye gikwata ku kifunvu,
Alaba ekifo ekyamainja.
18 Bwalizikirizibwa okuva mu kifokye,
Awo kirimwegana (nga kyogera nti) Sikulabangako.
19 Laba, eryo lye sanyu eryekubolye,
Nabalala baliroka okuva mu taka.
20 Laba, Katonda talisula muntu eyatukirira,
So taliwanirira abo abakola obubi.
21 Bwalimala alijuza akamwako enseko,
Nemimwagyo okwogerera wagulu.
22 Abakukyawa balyambala ensonyi ;
Newema eyababi teribawo nate.

9

1 Awo Yobu nadamu nayogera nti
2 Mazima manyi nga bwekiri bwekityo :
Naye omuntu ainza atya okuba nobutukirivu eri Katonda?
3 Bwabanga ayagade okuwakana naye,
Tainza kumudamu kigambo na kimu mu lukumi.
4 Omutimagwe gwa magezi, era amanyige mangi :
Ani eyali yekakanyaziza eri ye nalaba omukisa?
5 Ajulula ensozi nezitamanya,
Bwazivunisa obusungubwe.
6 Anyenya ensi okuva mu kifo kyayo,
Empagi zayo nezikankana.
7 Alagira enjuba netevayo ;
Era atekako akabonero ku munyenye.
8 Abamba egulu yeka,
Era alinyirira amayengo agenyanja.
9 Akola Nabaliyo, Entungalugoye, ne Kakaga,

Nebisenge ebyobukika obwadyo.
Akola ebikulu ebitanonyezeka ; 10
Wewawo, ebyekitalo ebitabalika.
Laba, ampitako, nesimulaba : 11
Era yeyongerayo mu maso, naye nesimutegera.
Laba, akwata (omuigo), ani ainza okumuziiza ? 12
Ani anamugamba nti Okola ki ?
Katonda taligyawo busungubwe ; 13
Ababezi ba Lakabu bakutama wansiwe.
Nze sirisinga nyo obutamudamu, 14
Neneroboza ebigambo byange (mpakane) naye ?
Gwesandizemu newakubade nga ndi nutukirivu ; 15
Nandimwegairide omulabe wange.
Singa nkowode naye nganjitabye ; 16
Era naye sandikiriza ngawulide edobozi lyange.
Kubanga a'menya ne kibuyaga, 17
Era ayongera ebiwundu byange okunanga obwerere.
Talinganya kusa muka, 18
Naye anjijuza obubalagaze.
Bwetwogera ku manyi agomuinza, laba, (nga wali) ! 19
Bwetwogera ku kusala omusango, ani anantekerawo ekisera ?
Newakubade nga ndi mutukirivu, akamwa kange nze ke kanansalira omusango okunsinga : 20
Newakubade nga natukirira, kanantegeza okuba omukyamu.
Nze ndi muntu eyatukirira ; serowoza nzeka ; 21
Nyoma obulamu bwange.
Bwona bwe bumu ; kyenva njogera nti 22
Azikiriza oyo eyatukirira nomubi.
Ekibonyobonyo bweki'ta amangwago, 23
Alikudãlira okusalirwa omusango okwabataliko kabi.
Ensi eweredwayo mu mukono gwomubi : 24
Abika ku maso gabalamuzi bayo ;
Obanga siye, kale yani ?

25 Enaku zange no ziwulukuka mangu okusinga omubaka:
Ziduka, teziriko bulungi bweziraba.
26 Ziise ngamato agatambula embiro:
Ngempungu e'ka ku muigo.
27 Bwenjogeranti Nerabira okwemulugunya kwange,
Nasanyusa amaso gange (aganakuwade) nengumya omwoyo:
28 Awo nga ntide obuinike bwange bwona,
Manyi nga tolimpita ataliko musango.
29 Omusango gulinsinga;
Kale kiki ekinteganyisa obwerere?
30 Bwe'naba nama'zi agomuzira,
Engalo zange newakubade nga nzitukuza ntya;
31 Era naye olinsula mu lusalosalo,
Nengoye zange nze zirintamwa.
32 Kubanga ye si muntu nga nze bwendi, nze okumudamu,
Fe okulabagana okuwoza omusango.
33 Tewali mulamuzi ali wakati wafe,
Eyandiinziza okuteka omukonogwe kufe fembi.
34 Anziyeko omugogwe,
So entisaye ereme okunkanga:
35 Awo bwenandyogede nesimutya;
Kubanga si bwentyo bwendi nze nzeka.

10

1 EMEME yange enyiye obulamu bwange;
Nafukumula okwemulugunya kwange;
Nayogeza kabyo lya meme yange.
2 Nagamba Katonda nti Tonsalira musango okunsinga;
Ntegeza kyova owakana nange.
3 Okiita kirungi gwe okujoga,
Okunyoma omulimu gwengalozo,
Noyakira okutesa kwababi?

Olina amaso agomubiri, 4
Oba gwolaba ngabantu bwebalaba?
Enakuzo ziri nganga enaku ezabantu, 5
Oba emyakagyo ngenaku ezabantu,
Nokubuza nobuza obutali butukirivu bwange, 6
Nononya okwonona kwange,
Newakubade ngomanyi nga siri mubi; 7
So tewali ainza okuwonya mu mukonogwo?
Emikonogyo gye gyamumba, gye gyankola 8
Wamu eruwi neruwi; naye onzikiriza.
Nkwegairide, jukira nga wamumba ngetaka; 9
Era olinziza nate mu nfufu?
Tonzitulude ngamata, 10
Nonkwasa ngamata amakalu?
Wanyambaza ediba nomubiri, 11
Era wangata wamu namagumba nebinywa.
Wampa obulamu nokuganja, 12
Nokujakwo gyendi kwe kwakuma omwoyo gwange.
Era naye wakisa ebyo mu mutimagwo; 13
Manyi ngekyo (kiri) nawe:
Bwenyonona, awo onetegereza, 14
So tolinziyako butali butukirivu bwange.
Bwemba omubi, nga zinsanze; 15
Era bwemba omutukirivu, era naye siriimusa mutwe gwange;
Nga nswazibwa nyo
Era nga ntunulira enaku zendaba.
Era (omutwe gwange) bwegwegulumiza, onjiganya 16 ngempologoma:
Era nate weraga owekitalo gyendi.
Okomyawo bugya abajulirwabo eri nze, 17
Nonyongerako okunyigakwo;
Ebikyukakyuka nobulwa biri nange.
Kale kiki ekyakunziyisa mu lubuto? 18
Nanditade omuka, so tewandibadewo liso eryandindabye.

19 Nandibade ngatabangawo;
Nandisitulidwa okuva mu lubuto okuntwala mu ntana.
20 Enaku zange si ntono? Kale lekera awo,
Ondeke nsanyusibweko katono,
21 Nga sinagenda eyo gyesiriva kukomawo,
Ye nsi eyekizikiza neyekisikirize ekyokufa;
22 Ensi eyekizikiza ekikute, ngekizikiza (kye nyini) bwekiri;
(Ensi) eyekisikirize ekyokufa awatali kutekateka,
Era omusana gwayo guli nganga ekizikiza.

11

1 Awo Zofala Omunaamasi nadamu nayogera nti
2 Olufulube lwebigambo terugwana kuludamu?
Nomuntu omwogeziyogezi agwana okumuwa obutukirivu?
3 Okwenyumirizakwo kwandisirisiza abantu?
Era bwodula, tewabewo anakukwasa ensonyi?
4 Kubanga oyogera nti Okuigiriza kwange kulongofu,
Nange ndi mulungi mu masogo.
5 Naye Katonda singa ayogede,
Nayasama emimwagye eri gwe;
6 Era singa akwoleseza ebyama ebyamagezi,
Nga ga ngeri nyingi mu kukola okwamanyi!
Kale tegera Katonda ngakutatira so si ngobutali butukirivubwo bwebwasanira.
7 Oinza okulaba Katondo olwokunonya?
Oinza okulaba Omuinza webintu byona nokamala?
8 Kwenkana egulu obugulumivu; oinza kukola ki?
Kusinga amagombe okugenda wansi; oinza kumanya ki?
9 Ekigero kyakwo kisinga ensi obuwanvu,
Era kisinga enyanja obugazi.
10 Bwanaitamu nasiba (abantu),

Nabaita okuja okusalirwa omusango, awo ani ainza okumuziiza?
Kubanga amanyi abantu abataliko kyebagasa: 11
Era alaba nobutali butukirivu newakubade nga tabulowoza.
Naye omuntu ataliko kyagasa talina kutegera, 12
Wewawo, abantu bazalibwa ngomwana wentulege.
Bwonotekateka obulungi omutimagwo, 13
Nogolola emikonogyo eri ye;
Obujemu obanga buli mu mukonogwo, buteke 14
wala,
So nobutali butukirivu buleme okubera mu wemazo;
Awo tolirema kuimusa amasogo awatali bala; 15
Wewawo, oliterera so tolitya:
Kubanga olyerabira enaku zewalaba; 16
Olizijukira ngama'zi agaisewo:
Nobulamubwo bulitangala okusinga etuntu; 17
Newakubade nga waliwo ekizikiza, buliba ngobwenkya.
Nawe oliba mirembe, kubanga esubi weriri; 18
Wewawo, olimagamaga nowumula mirembe.
Era oligalamira so tewaliba alikutisa; 19
Wewawo, bangi abalikwegairira.
Naye amaso gababi galigwawo, 20
Nobudukiro bulibabula,
Nesubi lyabwe liriba kuta muka.

12

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Mazima dala mwe muli bantu be nyini, 2
Era amagezi galifira wamu namwe.
Naye nange nina okutegera so simwe mweka; 3
Mwe temunsinga:
Wewawo, ani atamanyi ebiri ngebyo?
Ninga omuntu asekererwa eri mune, 4

(Omusaja) eyakabira Katonda namudamu:
Omusaja owensonga era eyatukirira asekererwa.
5 Mu kulowoza kwoyo eye'sa mulimu okunyoma akabi;
Kwetekedetekede abo abaserera nekigere kyabwe.
6 Ewema ezabanyazi ziraba omukisa,
Nabo abanyiza Katonda baba mirembe;
Katonda aleta ebintu (bingi) mu mukono gwabwe.
7 Naye no buza ensolo, zinakuigiriza;
Nenyonyi ezomubanga, zinakubulira:
8 Oba yogera netaka, linakuigiriza;
Nebyenyanja ebiri mu nyanja binakunyonyola.
9 Ani atamanyi mwebyo byona,
Ngomukono gwa Mukama gwe gulese ebyo?
10 Obulamu bwa buli kintu ekiramu buli mu mukono gwoyo,
Nomuka gwabantu bona.
11 Okutu tekukema bigambo,
Era ngamatama bwegalega ku mere yago?
12 Amagezi gaba nabasaja abakade,
Nokutegera kuba mu kuwangala enaku nyingi.
13 Eri ye eriyo amagezi namanyi;
Yalina okutesa ebigambo nokutegera.
14 Laba, amenya so tekiinzika kuzimbibwa nate;
Agalira omuntu so tewainza kubawo kugulawo.
15 Laba, aziiza ama'zi negakala;
Nate agasindika negavunika ensi.
16 Eri ye eriyo amanyi nokukolera dala;
Alimbibwa nalimba babe.
17 Atwala abatesa bebigambo nga banyagidwa,
Nabalamuzi abafula abasirusiru.
18 Asumulula olujegere lwa bakabaka,
Era asiba ekiwato kyabwe nolukoba.
19 Atwala bakabona nga banyagidwa,
Era amega abamānyi.
20 Abesigwa amalawo okwogera kwabwe,
Nabakade abagyako okutegera kwabwe.
21 Afuka okunyomebwa ku balangira,

Era asumulula olukoba olwabamanyi.
Ayolesa ebyobuziba ngabigya mu kizikiza, 22
Era ayerula ekisikirize ekyokufa.
Ayaza amawanga, era agazikiriza: 23
Abunya amawanga munsi, era agakomyawo.
Abakulu babantu abomunsi abagyako omwoyo, 24
Era abawabya mu lukola awatali kubo.
Bawamantira mu kizikiza awatali musana, 25
Era abataga'sa ngomutamivu.

13

Laba, eriso lyange lyalaba ebyo byona, 1
Okutu kwange kwabiwulira nekubitegera.
Byemumanyi era nange mbimanyi: 2
Mwe temunsinga.
Mazima nayogera Nomuinza webintu byona, 3
Era njagala okutesa ne Katonda.
Naye mwe mugunja ebyobulimba, 4
Mwena muli basawo abataliko kyebagasa.
Singa musirikide dala! 5
Bwemwandibade namagezi.
Muwulire no ensonga yange, 6
Mutege okutu eri okuwoza kwemimwa gyange.
Munawolereza Katonda nga mwogera ebitali bya 7
nsonga,
Era nga muleta ebyobulimba?
Munamutya kitibwa? 8
Munayomberera Katonda?
Kirungi ye okubakebera? 9
Oba ngomuntu bwalimba mune munamulimba ye?
Talirema kubanenya, 10
Bwemunatya ekitibwa mu kyama.
Obukulubwe obusinga tebulibatisa, 11
Nentisaye teribagwako?
Ebigambo byamwe ebijukirwa ngero za vu, 12
Enkomera zamwe nkomera za taka.
Musirike mundeke njogere, 13

Ebinayagala okuja binjijire.
14 Kiki ekinaba kintwaza omubiri gwange mu manyo gange,
Nenteka obulamu bwange mu mukono gwange?
15 Newakubade nganzita era naye namulindirira:
Era naye nakakasa amakubo gange mu masoge.
16 Era ekyo kye kiriba obulokozi bwange;
Kubanga omusaja atatya Katonda talituka mu masoge.
17 Muwulire nyo ebigambo byange,
Nebyo byenjatula bibe mu matu gamwe.
18 Laba no, ndiranyi'za ensonga yange;
Manyi nga ndi mutukirivu.
19 Ani anawakana nange?
Kubanga kakano nasirika nenta omuka.
20 Kyoka tonkola bigambo bibiri,
Awo nesekweka amasogo:
21 Nziyako omukonogwo gumbere wala;
So nentisayo ereme okunkanga.
22 Awo kowola gwe nange naitaba;
Oba leka njogere nawe onziremu.
23 Obutali butukirivu bwange nebibi byange byenkana wa obungi?
Ntegeza okusobya kwange nokwonona kwange.
24 Okisiza ki amasogo,
Nompita omulabewo?
25 Onococa esubi eritwalibwa empewo?
Era onoiganya ebisasiro ebikaze?
26 Kubanga ompandikira ebigambo ebyekabyo,
Era onsisa obutali butukirivu obwomubuto bwange:
27 Nebigere byange obisiba mu nvuba, era olamba amakubo gange gona;
Okoloboza olukoloboze okwetolola ebigere byange:
28 Newakubade nga nfanana ekintu ekivundu ekigwawo,
Ekyambalo ekiriridwa enyenje.

14

Omuntu azalibwa omukazi 1
Wa naku si nyingi, era ajude obuinike.
Amulisa ngekimuli natemebwa: 2
Era aduka ngekisikirize so taberera.
Nawe omuzibulira amasogo afanana bwatyo, 3
Nondeta mu musango nze nawe?
Ani ainza okugya ekintu ekirongofu mu kitali 4
kirongofu? tewali nomu.
Kubanga enakuze zatesebwa, omuwendo gwemye- 5
zigye guli nawe,
Era wamutekerawo ensaloze zatainza kusukako;
Mugyeko amasogo awumule, 6
Okutusa lwalimala olunakulwe ngakolera empera.
Kubanga waliwo esubi eryomuti bwegutemebwa 7
nga guliroka nate,
Era ngetabi lyagwo eto teririfa.
Ekikolo kyagwo newakubade nga kikadiwa mu 8
taka,
Nekikonge kyagwo nekifira munsi;
Naye olwakalosa kama'zi gulimulisa, 9
Negusula amatabi ngekisimbe.
Naye omuntu afa era ayongobera: 10
Wewawo, omuntu ata omuka, awo alirudawa?
Ngama'zi bwegagwerera mu nyanja, 11
Nomuga nga bwegugwawo negukalira;
Bwatyo nomuntu agalamira nataimuka: 12
Okutusa egulu lweritalibawo nate, tebalizukuka,
So tebalizukuzibwa mu tulo twabwe.
Singa onkwese mu magombe, 13
Singa onkisa kyama okutusa obusungubwo lwe-
buliita,
Singa ontekedewo ekisera ekiragidwa, nonjiju-
kira!
Omuntu bwafa aliba mulamu (nate)? 14

Nandirindiride nemala enaku zona ezolutabalo lwange,
Okutusa okutebwa kwange lwekwandize.
15 Wandimpise, nange nandikuitabye:
Wandibade nokwegomba eri omulimu gwemikonogyo.
16 Naye kakano obala ebigere byange:
Tolabirira kwonona kwange?
17 Okusobya kwange kutekedwako akabonero mu nsawo,
Era osibira dala obutali butukirivu bwange.
18 Era mazima olusozi olugwa lugwawo,
Nolwazi lugyibwawo mu kifo kyalwo;
19 Ama'zi gasiriza amainja;
Okwanjala kwago kufufumbikiriza enfufu eyokunsi:
Era ozikiriza esubi eryomuntu.
20 Enaku zona ngomuwangula, naitawo;
Owanyisa amasoge nomusindika.
21 Batabanibe batuka mu kitibwa, ye nga takimanyi;
Bakakanyizibwa, naye ye nga tategera bwebali.
22 Naye omubirigwe oguli kuye gulumwa,
Nememeye eri mundaye enakuwala.

15

1 Awo Erifazi Omutemani nadamu nayogera nti
2 Owamagezi yandizemu nokumanya okutalimu,
Najuza olubutolwe nembuyaga ezebuvanjuba?
3 Yandiwakanye nebigambo ebitaliko kyebigasa,
Oba ngayogera ebitaliko kyebiinza?
4 Wewawo, omalawo okutya,
Era oziiza okwagala Katonda mu masoge.
5 Kubanga obutali butukirivubwo bwe buigiriza akamwako,
Era weroboza olulimi lwabagerengetanya.
6 Akamwako gwe ke kakusalira omusango okukusinga so si nze;

Wewawo, emimwagyo gwe ye mujulirwa eri gwe.
Gwe wasoka abantu bona okuzalibwa? 7
Oba gwe bakuzala ensozi nga tezinabawo?
Wali owulide okutesa kwa Katonda okwomu- 8
kyama?
Era weita wa magezi weka omu?
Kiki kyomanyi fe kyetutamanyi? 9
Kiki kyotegera ekitali mufe?
Abameze envi nabakade enyo bali wamu nafe, 10
Abasinga enyo kitawo obukade.
Okusanyusa kwa Katonda kutono, tekukumala, 11
Nekigambo (ekyogera) nawe empola?
Omutimagwo gukutwalira ki? 12
Namasogo gatemeza ki?
Nokukyusa nokyusa omwoyogwo okulwana ne 13
Katonda,
Noleka ebigambo (ebiri bwebityo) okuva mu
kamwako.
Omuntu kye kiki abere omulongofu? 14
Noyo azalibwa omukazi abere omutukirivu?
Laba, teyesiga batukuvube; 15
Wewawo, egulu si dongofu mu masoge.
Omugwagwa era omuvundu siyasinga nyo (obu 16
taba mulongofu),
Omuntu anywa obutali butukirivu ngama'zi!
Nakwolesa, mpulira; 17
Nekyo kyenalaba kyenabulira:
[Abamagezi kyebabulira 18
Okuva ku bajaja babwe, nebatakikweka;
Abawebwa ensi boka, 19
So tewali munagwanga eyaita mubo:]
Omubi aba lubuto lwa buinike enakuze zona, 20
Gwe muwendo gwemyaka egyamuterekerwa
omujozi.
Edobozi eryentisa liba mu matuge; 21
Bwaba ngalabye omukisa omunyazi alimugwako:
Takiriza ngalida okuva mu kizikiza, 22
Era ekitala kimulindirira:

23 Atambuliratambulira ekyokulya (ngayogera nti)
Kirirudawa?
Amanyi ngolunaku olwekizikiza lwetesetese, luli
ku mukonogwe:
24 Okweralikirira nobubalagaze bimutisa;
Bimuwangula nga kabaka eyetesetese okulwana:
25 Kubanga agolode omukonogwe eri Katonda,
Nagirira Omuinza webintu byona ebyekyejo;
26 Amufubutukirako ngakakanyaziza ensingoye,
Namakundi amanene agokungaboze:
27 Kubanga abise ku masoge obugevubwe,
Era alese ebifi byamasavu ku mbirizize;
28 Era yabera mu bibuga ebyamatongo,
Mu nyumba omutali muntu,
Ezali zagala okufuka entumo.
29 Taligagawala so nebintubye tebiriba bya luberera,
So nebibala byabwe tebirikutama okutuka ku
taka.
30 Taliva mu kizikiza;
Omuliro gulikaza amatabige,
Era alivawo olwomuka ogwomukamwake.
31 Aleme okwesiga ebitalimu nga yerimbalimba:
Kubanga ebitalimu bye biriba emperaye.
32 Erikomekerezebwa ebirobye nga tebinatukirira,
Netabirye teririgumiza.
33 Alikunkumula ezabibuze ezitanaba kwengera
ngomuzabibu,
Era alisinsimula ekimulikye ngomuzeituni.
34 Kubanga ekibina kyabatatya Katonda kiriba
kigumba,
Era omuliro gulyokya ewema ezirirwamu enguzi.
35 Baba mbuto za bubi, nebazala obutali butukirivu,
Nolubuto lwabwe lutekateka bukusa.

16

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Nakawulira bingi ebiri bwebityo:
Mwena muli basanyusa abatagasa.
Ebigambo ebitalimu binakoma? 3
Oba kiki ekikusosonkereza nokwanukula noyanukula?
Era nange nandiinziza okwogera nga mwe bwemwogera; 4
Ememe yamwe singa ebade mu kifo kyememe yange,
Nandiinziza okutunga ebigambo okubanenya,
Nokubanyenyereza omutwe gwange.
(Naye) nandibawade amanyi nakamwa kange, 5
Nokusanyusa kwemimwa gyange kwandikakanyiza (obuinike bwamwe).
Newakubade nga njogera, obuinike bwange tebu- 6
nakakana:
Era newakabade nga nzibikiriza, mpumuzibwa ntya?
Naye kakano ankoyeza: 7
Nekibina kyange kyona okizisi'za.
Era onkwatide dala, (ye) mujulirwa (gyendi): 8
Nobukovu bwange bungolokokerako, bunumiriza mu maso gange.
Antagude nekiruwikye, anjiganyiza; 9
Era anumide obujigi:
Omulabe wange ankanulira amaso.
Banjasamide akamwa kabwe; 10
Bankubye mpi nga banswaza:
Bankunganirako.
Katonda angabula eri atatya Katonda, 11
Era ansula mu mikono gyababi.
Nali mperawera nanjasamu wakati; 12
Wewawo, yankwata mu nsingo nantandagira oku-
'menyamenya:

Era ansimbye okuba sabawaye.
13 Abalasibe banzingiza enjuwi zona,
Ayasamu ensigo zange so tasonyiwa;
Afuka akalulwe lwange ku taka.
14 Agenda yeyongera oku'menyamenya;
Anfubutukirako ngomuzira.
15 Ntunze ebibukutu ku diba lyange,
Era ntade ejembe lyange mu nfufu.
16 Amaso gange gononese olwokukaba amaziga,
Ne ku bikowe byange kuliko ekisikirize kyokufa;
17 Newakubade nga temuli kyejo mu ngalo zange,
Nokusaba kwange kulongofu.
18 Ai ensi, tobika ku musai gwange,
Nokukaba kwange kuleme okubako wekuliwumulira.
19 Ne kakano, laba, omujulirwa wange ali mu gulu,
Nomuima wange ali wagulu.
20 Mikwano gyange ba'nyoma:
(Naye) eriso lyange lifuka amaziga eri Katonda;
21 Azibire ensonga yomuntu eri Katonda,
Neyomwana womuntu eri mune!
22 Kubanga emyaka si mingi bwegirigwako,
Nditambula olugendo gyesiriva okukomawo.

17

1 Omwoyo gwange gumalibwawo, enaku zange ziwede,
Entana enetekedetekede.
2 Mazima waliwo abakudazi gyendi,
Neriso lyange libera mu kusosonkereza kwabwe.
3 Leta no omusingo, oneimirire gyoli weka;
Waliwo ani anakwatagana nange mu mukono?
4 Kubanga okisiza omutima gwabwe obutategera:
Kyoliva olema okubagulumiza.
5 Oyo alopa mikwanogye okuba omuigo,
Era namaso gabanabe galigwawo.

Era anfude ekigambo ekyobuwemu mu bantu; 6
Era nfuse ekyenyinyalwa mu lwatu.
Era neriso lyange lizibye olwokunakuwala, 7
Nebitundu byange byona biri ngekisikirize.
Abantu abamazima balikungubaza ekyo, 8
Nataliko musango alyegolokosa kwoyo atatya Katonda.
Era naye omutukirivu alikwata ekubolye, 9
Noyo alina emikono emirongofu alyeyongera-yongera okuba namanyi.
Naye mukomewo mwena, muje no: 10
So sirabe muntu wa magezi kumwe.
Enaku zange ziwede, okutesa kwange kukutudwa, 11
Era nokulowoza okwomumutima gwange.
Bafusa ekiro okuba omusana: 12
Omusana gulirana ekizikiza, (bwebogera bwebatyo).
Bwensubira amagombe okuba enyumba yange; 13
Obanga neyaliride ekitanda kyange mu kizikiza;
Obanga ngambye okuvunda nti Gwe kitange; 14
Nenvunyu nti Gwe mange era mwanyinaze;
Kale esubi lyange lirirudawa? 15
Nesubi lyange aliriraba ani?
Lirika mu bisiba ebyamagombe, 16
Okuwumula nga kumaze okubawo omulundi gumu mu nfufu.

18

Awo Biridada Omusuki nadamu nayogera nti 1
Mulitusa wa okutega ebigambo? 2
Musoke okulowoza, netulyoka twogera.
Ekituisa ensolo kiki, 3
Netufuka abatali balongofu mu masogo?
Gwe eyetagula olwobusungubwo, 4
Ensi erirekebwa kululwo?
Oba olwazi luligyibwa mu kifo kyalwo?

5 Wewawo, omumuli gwomubi gulizikizibwa,
So nolusasi olwomulirogwe terulyaka.
6 Omumuli guliba kizikiza mu wemaye,
Netabazaye eri waguluwe erizāmizibwa.
7 Ebigere ebyamanyige birifundikirwa,
Nokutesakwe ye kulimusula.
8 Kubanga ebigerebye ye bimusude mu kitimba,
Era atambulira ku mutego.
9 Ekyambika kirimukwata ekisinziro,
Nakakunizo kalimunyuweza.
10 Akamasu kamukwekedwa mu taka,
Nekigu kimukwekedwa mu kubo.
11 Entisa erimukanga enjuwi zona,
Era erimuiganya ku bisinzirobye.
12 Amanyige galirumwa enjala,
Nobuinike bulimubako ngasejera.
13 Bulirya ebitundu byomubirigwe,
(Wewawo), omuberyeberye wokufa alirya ebitundubye.
14 Alisimbulwa mu wemaye gyeyesiga;
Era aliretebwa eri kabaka webitisa.
15 Ekitali kikye na katono kiribera mu wemaye:
Ekiberiti kirimansirwa ku kifo mweyabera.
16 Ekikolokye kirikalira dala wansi,
Ne wagulu etabirye liritemebwawo.
17 Ekijukizokye kiribula kunsi,
So taliba na linya mu lugudo.
18 Aligoberwa mu kizikiza okuva mu musana,
Era aliiganyizibwa okuva munsi.
19 Taliba na mwana newakubade omuzukulu mu bantube,
Newakubade omuntu yena asigade gyeyabera.
20 Abalidawo balyewunya olunakulwe,
Ngabo abāsoka bwebātisibwa.
21 Mazima enyumba zatali mutukirivu bwezifanana bwezityo,
Era kino kye kifo kyoyo atamanyi Katonda.

19

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Mulitusa wa okweralikiriza ememe yange, 2
Nemu'menyamenya nebigambo?
Mwakanvumira emirundi kumi: 3
Temukwatidwa nsonyi okunzitowerera.
Nokukyama newakubade nga nkyamye, 4
Okukyama kwange kubera nange mwene.
Okwegulumiza obanga munegulumiza eri nze, 5
Nemundetako ekivume kyange:
Mutegere no nga Katonda ansude (mu nsonga 6
yange),
Era anzingiziza nekitimbakye.
Laba, njogerera wagulu olwokujogebwa, naye 7
nesiwulirwa:
Nkaba okuberwa, naye nga tewali musango.
Azibye ekubo lyange nokuinza nesiinza kuitamu, 8
Era atade ekizikiza mu makubo gange.
Anziyeko ekitibwa kyange, 9
Era agye engule ku mutwe gwange.
A'menyemenye enjuwi zona, era ngenze: 10
Nesubi lyange alisimbude ngomuti.
Era ayasiza obusungubwe kunze, 11
Era ampita (omu ku) balabebe gyali.
Egyerye litabalira wamu, nebatuma ekubo lyabwe
kunze, 12
Nebasisira okuzingiza ewema yange.
Baganda bange abantade wala, 13
Nabo bemanyi bafukide dala nga besimanyi.
Abekika kyange bawedewo, 14
Ne mikwano gyange enyo banerabide.
Abo ababera mu nyumba yange nabazana bange 15
bampita mugenyi:
Ndi munagwanga mu maso gabwe.
Mpita omudu wange natanjitaba, 16
(Newakubade nga) mwegairira nakamwa kange.

17 Omuka gwange mukazi wange tagumanyi,
Nokwegairira kwange abana benda ya (mange) tebakumanyi.
18 Era nabana abato banyoma;
Bwenyimuka banjogerako obubi.
19 Emikwano gyange bona bentesa nabo bantamidwa:
Nabo benayagala bakyuse okuba abalabe bange.
20 Egumba lyange lyegata nediba lyange nomubiri gwange,
Era mponye nediba eryokumanyo gange.
21 Munsasire, munsasire, ai mwe mikwano gyange;
Kubanga omukono gwa Katonda gunkomyeko.
22 Kiki ekibanjiganyisa nga Katonda,
So nomubiri gwange tegubamala?
23 Singa no ebigambo byange biwandikidwa!
Singa biwandikidwa mu kitabo!
24 Singa byoledwa ku lwazi
Nekalamu eyekyuma nekisasi okumala emirembe gyona!.
25 Naye manyi nga Omununuzi wange aba mulamu,
Era ngaliimirira kunsi enkomerero:
26 Era ediba lyomubiri gwange bweririmala okuzikirizibwa bwerityo,
Naye mu mubiri gwange ndiraba Katonda:
27 Gwendiraba nze mwene,
Namaso gange galimutunulira so si mulala.
Ememe yange emalidwawo munda yange.
28 Bwemunayogera nti Nga tunamuiganya so!
Kubanga ekikolo kyekigambo kirabise munze;
29 Mutye ekitala:
Kubanga obusungu (buleta) okubonereza kwekitala,
Mulyoke mumanye nga waliwo okusala omusango.

20

Awo Zofala Omunaamasi nadamu nayogera nti 1
Ebirowozo byange kyebiva binziramu, 2
Olwokwanguiriza okuli munze.
Mpulide okunenya okunswaza, 3
Omwoyo ogwokutegera kwange negunziramu.
Ekyo tokimanyi obweda, 4
Omuntu kasokede atekebwa ku taka,
Ngokuwangula kwababi kwa kugwawo mangu, 5
Era ngesanyu lyabatamanyi Katonda lya kisera busera?
Obukulubwe newakubade nga bulinya okutuka 6
mu gulu,
Nomutwegwe gutuka mu bire;
Naye alibula emirembe gyona ngamazige ye: 7
Abo abamulabanga balyogera nti Alirudawa?
Alivawo ngekiroto, so talirabika: 8
Wewawo, aligoberwa dala ngokwolesebwa okwekiro.
Eriso eryamulabanga teririmulaba nate; 9
So nekifokye tekirimutunulira nate.
Abanabe balyegonza eri abavu, 10
Nemikonogye girikomyawo obugagabwe.
Amagumbage gajude obuvubukabwe, 11
Naye buligalamira naye mu nfufu.
Obubi newakubade nga bumuwomera mu ka- 12
mwake,
Newakubade ngabukweka wansi wolulimirwe;
Newakubade ngabusonyiwa nataganya kubuta, 13
Naye ngakyaguguba nabwo mu kamwake;
Naye emereye mu byendabye efuse, 14
Bwe busagwa bwembalasasa mundaye.
Yamira obugaga, era alibusesema nate: 15
Katonda alibugya mu lubutolwe.
Alinuna obusagwa bwembalasasa: 16
Olulimi lwomusota lulimuta.

17 Talitunulira miga,
Emiga egikulukuta egyomubisi gwenjuki nomuzigo.
18 Kyeyateganira aliki'za, so talikimira;
So talisanyuka ngebintu bwebiri byafunye.
19 Kubanga yajoga abavu nabaleka;
Yagyawo enyumba olwamanyi so taligizimba.
20 Kubanga teyamanya kuterera mundaye,
Taliwonya kintu kwebyo byasanyukira.
21 Tewasigala kintu kyatalya;
Omukisagwe kyeguliva gulema okuba ogwolubererа.
22 Mu lufulube lwebintubye ebisukirira aliraba enaku:
Omukono gwa buli muntu aliko obuinike gulimutukako.
23 Bwaba nganatera okukusa olubutolwe,
(Katonda) alimusulako ekiruwikye ekingi,
Era alikitonyesa kuye ngalya.
24 Aliduka ekyokulwanyisa ekyekyuma,
Nomutego ogwekikomo gulimufumita.
25 Akagyamu nekava mu mubirigwe:
Wewawo, omumwa gwako ogumasamasa guva mu kalulweke;
Ebitisa bimuliko.
26 Ekizikiza kyona kyaterekerwa ebibye ebyobugaga:
Omuliro ogutakumibwa (bantu) gulimwokya;
Gulimalawo ebyo ebisigade mu wemaye.
27 Egulu liribikula ku butali butukirivubwe,
Nensi erimugolokokerako.
28 Ekyengera ekyomunyumbaye kirivawo,
(Ebintubye) biribulirà ku lunaku olwobusungubwe.
29 Ogwo gwe mugabo gwomuntu omubi oguva eri Katonda,
Nobusika Katonda bweyamutekerawo.

21

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Muwulire nyo okwogera kwange; 2
Era bino bibere bya kubasanyusa.
Munzikirize, nange nayogera; 3
Awo nga maze okwogera, mweyongere okudula.
Nze nemulugunya eri abantu? 4
Era ekyandindobede okwesunasuna kiki?
Munziseko omwoyo, mwewunye, 5
Era muteke omukono gwamwe ku kamwa kamwe.
Bwenjijukira obujukizi neralikirira, 6
Okusisiwala nekukwata omubiri gwange.
Ababi baberera ki abalamu, 7
Nebakadiwa nebaba ba manyi mu buinza?
Ezade lyabwe linyuwera gyebali bo nga balaba, 8
Nenda yabwe mu maso gabwe.
Enyumba zabwe ziba mirembe awatali kutya, 9
So nomugo gwa Katonda tegubabako.
Ente yabwe enume ezala netedirira; 10
Ente yabwe enkazi ezala netesowola mwana wayo.
Basindika abana babwe abato ngekisibo, 11
Nabana babwe bazina.
Baimbira ku bitasa nenanga, 12
Nebasanyukira edobozi lyomulere.
Bamala enaku zabwe nga balabye omukisa, 13
Mu kasera nebaka mu magombe.
Era naye nebagamba Katonda nti Tuveko; 14
Kubanga tetwegomba kumanya makubogo.
Omuinza webintu byona kye ki fe tumuwereze? 15
Era bwetulimusaba kiritugasa kitya?
Laba, omukisa gwabwe teguli mu mukono gwabwe: 16
Okutesa kwababi kundi wala.
Etabaza yababi ezikizibwa emirundi emeka? 17
Nobuinike bwabwe bubatukako emirundi emeka?
(Katonda) agaba enaku mu busungubwe emirundi emeka?

18 Baba ngebisasiro ebitwalibwa nempewo,
Era ngebisusunku embuyaga byezitwala emirundi emeka?
19 (Mwogera nti) Katonda aterekera abanabe obutali butukirivubwe.
Abusasule ye ye nyini abumanye.
20 Amasoge ye galabe okuzikirirakwe,
Era anywe ku busungu Bwomuinza webintu byona.
21 Kubanga asanyukira atya enyumbaye emudirira,
Omuwendo gwemyezigye nga gukutuse wakati?
22 Waliwo aliigiriza Katonda okumanya?
Kubanga asalira abo omusango abagulumizibwa.
23 Wabawo omu afa ngalina amanyige gona,
Ngaweredewerede dala ngaterede:
24 Amaberege gajude amata,
Nobusomyo obwamagumbage nga bubisi.
25 Nomulala afa omwoyogwe nga gumubalagala,
So taleganga ku birungi.
26 Bombi bagalamira mu nfufu,
Envunyu nebabikako.
27 Laba, manyi ebirowozo byamwe,
Nenkwe zemunsalira obubi.
28 Kubanga mwogera nti Enyumba yomukungu erirudawa?
Era nti Ewema ababi mwebabera erirudawa?
29 Temwababuza abatambulira mu kubo?
Era temumanyi bubonero bwabwe?
30 Ngomuntu omubi aterekerwa olunaku olwokulabirako enaku?
Nga batwalibwa eri olunaku olwobusungu?
31 Ani anabulira ekubolye mu masoge?
Era ani alimusasula byeyakola?
32 Naye alitwalibwa mu ntana,
Era alikuma amalalo.
33 Amafunfugu agomukiwonvu galimuwomera,
Nabantu bona baliwalulwa enyumawe,
Nga bwebamukulembera abatabalika.

Kale no munsanyusiza mutya bwerere, 34
Kubanga mu kudamu kwamwe musigademu obulimba (busa)?

22

Awo Erifazi Omutemani nadamu nayogera nti 1
Omuntu ainza okugasa Katonda? 2
Mazima owamagezi yegasa yeka.
Kiriko bwekimusanyusa Omuinza webintu byona 3
gwe okubera omutukirivu?
Oba kimugasa gwe okutukiriza amakubogo?
Kubanga omutya kyava akunenya, 4
Kyava asala omusangogwo?
Obubibwo si bungi? 5
So nobutali butukirivubwo tebuliko gyebukoma.
Kubanga wagya ku mugandawo emisingo egyo- 6
bwerere,
Noyambula abāli obwerere ebyambalo byabwe.
Tonywesanga ma'zi omukowu, 7
Era wama omuyala emere.
Naye owamanyi ye yalya ensi; 8
Nowekitibwa ye yagiberamu.
Wasindika banamwandu nga tebalina kintu, 9
Nemikono gyabatalina kitabwe gyamenyeka.
Obukunizo kyebuva bukwetolola, 10
Nentisa gyotomanyiride ekweralikiriza,
Oba ekizikiza notoinza kulaba, 11
Ama'zi amangi negakubikako.
Katonda tali mu gulu awagulumizibwa? 12
Era laba emunyenye bwezenkana obugulumivu!
Nawe oyogera nti Katonda amanyi ki? 13
Ainza okusala omusango ngaima mu kizikiza ekikute?
Ebire ebiziivu bimubikako nokulaba talaba; 14
Era atambulira mu kwekulungirira kwegulu.

15 Oyagala okukwata ekubo eryeda
Abantu ababi lyebalinyirangamu?
16 Abakwakulibwa entuko zabwe nga tezinabawo,
Omusingi gwabwe negufukibwa ngomuga:
17 Abagamba Katonda nti Tuveko;
Era nti Omuinza webintu byona ainza kutukolera ki?
18 Naye yajuza enyumba zabwe ebirungi:
Naye okutesa kwababi kundi wala.
19 Abatukirivu bakiraba nebasanyuka;
Nataliko musango abasekerera nyo:
20 (Ngayogera nti) Mazima abo abatugolokokerako bamalidwawo,
Nabo abafisewo omuliro guboke'za.
21 Muige no obere nemirembe:
Bwotyo bwoliba nebirungi.
22 Nkwegairide, kiriza amateka eri akamwake,
Era tereka ebigambobye mu mutimagwo.
23 Bwonokomawo eri Omuinza webintu byona, olizimbibwa;
Bwonogyawo obutali butukirivu okuba ewala newemazo.
24 Noteka (ebibyo) ebyobugaga mu nfufu,
Ne (zabu eya) Ofira mu mainja agomubuga;
25 Awo Omuinza webintu byona yaliba obugagabwo,
Era aliba feza ya muwendo mungi gyoli.
26 Kubanga lwolisanyukira Omuinza webintu byona,
Era oliimusa amasogo eri Katonda.
27 Olisaba okusabakwo eri ye, naye alikuwulira;
Era olisasula obweyamobwo.
28 Era oliragira ekigambo nekinyuwera gyoli;
Nomusana gulyakira amakubogo.
29 Bwebakusula, olyogera nti (Waliwo) okuimusibwa:
Era alirokola eyetowaza.
30 Aliwonya noyo ataba taliko musango:
Wewawo, aliwonyezebwa olwobulongofu bwengalozo.

23

Awo Yobu nadamu nayogera nti 1
Ne lero okwemulugunya kwange kujemu: 2
Okukubibwa kwange kusinga okusinda kwange okuzitowa.
Singa manyi gyenyinza okumulabira, 3
Singa nyinza okutuka nawali entebeye!
Nandiriranyiza ensonga yange mu masoge, 4
Nenjijuza akamwa kange ensonga.
Nandimanye ebigambo byeyandinzizemu, 5
Nentegera byeyandingambye.
Yandinyombeseza olwobukulu bwobuinzabwe? 6
Neda, naye yandisizayo omwoyo eri nze.
Eyo abamazima bandiinziza okuwoza naye; 7
Bwenandiwonyezebwa bwentyo enaku zona eri omulamuzi wange.
Laba, ntambula mu maso, naye ye nga taliyo; 8
Nentambula enyuma, naye nesiinza kumulaba:
Ku mukono ogwa kono, bwakola omulimu, naye 9
nesiinza kumulaba:
Yekweka ku mukono ogwadyo nokulaba nesiinza kumulaba:
Naye amanyi ekubo lyenkwata; 10
Bwalimala okunkema, ndivamu nga zabu.
Okugulu kwange kwasimbira dala mu bigerebye; 11
Ekubolye nalikwata nesikyama.
Sidanga nyuma okuva mu kiragiro ekyemimwa- 12
gye;
Natereka ebigambo ebyakamwake okusinga emere yange engwanira.
Naye ye alowoza bumu, era ani ainza okumukyusa? 13
Era ememeye kyeyegomba ekyo kyakola.
Kubanga atukiriza ekyo ekyantekerwawo: 14
Nebingi ebiri bwebityo biri naye.
Kyenva neralikirira ye okubawo; 15
Bwendowoza mutya.

16 Kubanga Katonda azirisiza omutima gwange,
Era Omuinza webintu byona anteganyiza:
17 Kubanga sazikirizibwa okusoka ekizikiza,
So teyabika ku kizikiza ekikute eri amaso gange.

24

1 Omuinza webintu byona kiki ekimulobera okutereka ebiro?
Nabo abamumanyi kiki ekibalobera okulaba enakuze?
2 Wabawo abajulula obubonero bwensalo;
Banyaga embuzi lwa manyi nebazirisa.
3 Bagoba endogoi eyabatalina kitabwe,
Batwala ente ya namwandu okuba omusingo.
4 Bakyamya abetaga mu kubo:
Abavu abomunsi bekweka wamu.
5 Laba, ngentulege mu lukola
Bafuluma eri omulimu gwabwe nga banonyeza dala ebyokulya;
Edungu (libawa) emere ya bana babwe.
6 Basala emere (eyensolo) zabwe mu nsiko;
Era bayera ezabibu ezomubi.
7 Basula nebakesa obude nga tebaliko kyebambade,
So tebaliko kyebebika empewo nga zifuwa.
8 Batoba noluwandagirize olwokunsozi,
Era bavumbagira olwazi nga babulidwa webegama.
9 Wabawo abakwakula abatalina kitabwe okubagya ku mabere,
Nebagya omusingo ku mwavu:
10 Nokutambula nebatambula bwerere nga tebalina kyebambade,
Era enjala ngebalumye betika ebinywa;
11 Bakamulira amafuta mu bisenge byabasaja abo;
Balinya amasogolero (gabwe) nebalumwa enyonta.
12 Abantu basinda nga bali mu kibuga ekirimu abantu bangi,

Ememe yabo abafumitidwa nekaba :
Naye Katonda takibala okuba obusirusiru.
Abo bali ku muwendo gwabo abajemera omusana; 13
Tebamanyi makubo gagwo,
So tebaberera mu mpenda zagwo.
Omusi agolokokera wamu nomusana, ata omwavu 14
neyetaga ;
Era ekiro aba ngomu'bi.
Era neriso lyomwenzi lirindirira ekizikiza, 15
Ngayogera nti Tewali liso erinandaba :
Neyekyusa amasoge.
Mu kizikiza mwebasimira enyumba : 16
Begalira emisana ;
Tebamanyi musana.
Kubanga obwenkya buli ngekisikirize ekyokufa 17
eri abo bona;
Kubanga bamanyi ebitisa ebyekisikirize ekyokufa.
Aba wa mbiro kungulu ku ma'zi ; 18
Omugabo gwabwe gukolimidwa kunsi :
Takyukira awali ekubo eryensuku zemizabibu.
Ekyeya nolubugumu bimalawo ama'zi agava mu 19
muzira :
Namagombe (bwegatyo gamalawo abo) abayonona.
Olubuto lulimwerabira ; envunyu erimulya nge- 20
womedwa ;
Talijukirwa nate :
Awo obutali butukirivu bulimenyeka ngomuti.
Alya omugumba atazala ; 21
So takola munamwandu bulungi.
Era awalula nabamanyi olwobuinzabwe : 22
Aimuka, so tewali muntu asubira okuba omulamu.
(Katonda) abawa okuba emirembe, nebesigama 23
okwo ;
Namasoge gali ku makubo gabwe.
Bagulumizibwa ; newaitawo ebanga tono nga ba- 24
genze ;
Wewawo, bakakanyizibwa, bagyibwa mu kubo
ngabalala bona,

Era basalibwa ngemitwe gyebirimba byengano.
25 Era obanga si bwekiri kakano, ani ananumiriza
nga ndi mulimba,
Nafula okwogera kwange obutabako kyekugasa?

25

1 Awo Biridada Omusuki nadamu nayogera nti
2 Okufuga nentisa biri naye;
Aleta emirembe mu bifobye ebigulumivu.
3 Egyerye liriko gyerikoma?
Era ani atavirwayo omusanagwe?
4 Kale omuntu ainza atya okuba nobutukirivu eri
Katonda?
Oba ainza atya okuba omulongofu oyo azalibwa
omukazi?
5 Laba, nomwezi tegulina kumasamasa,
Nemunyenye si nongofu mu masoge:
6 Okusinga enyo omuntu, envunyu!
Nomwana womuntu, olusiringanyi!

26

1 Awo Yobu nadamu nayogera nti
2 Atalina buinza ngomubede so!
Omukono ogutalina manyi ngogulokode so!
3 Atalina magezi ngomuwerede so,
Noyatula bingi nyo ebyokutegera obulungi!
4 Ani gwobulide ebigambo?
Nomwoyo gwani oguvutde mugwe?
5 Abafa bakankana
Wansi wama'zi nababera omwo.
6 Amagombe gali bwerere mu masoge,
Nokuzikirira tekulina kyekwebika.
7 Abamba obukika obwa kono mu banga ejerere,
Era awanika ensi awatali kintu.

Asiba ama'zi mu birebye ebiziivu ; 8
Ekire nekitayulika wansiwe.
Aziba obwenyi bwentebeye, 9
Nagyalirako ekirekye.
Yasawo embibi ku maso gama'zi, 10
Okutusa omusana nekizikiza webikoma.
Empagi ezegulu zikankana 11
Nezewunya olwokunenyakwe.
Afukula enyanja olwobuinzabwe, 12
Era afumitira dala Lakabu olwokutegerakwe.
Egulu liyonjebwa olwomwoyogwe ; 13
Omukonogwe gwafumita omusota oguwulukuka.
Laba, gano ge mabali goka agamakuboge : 14
Nakagambo ketumuwulirako nga katono !
Naye okubwatuka okwobuinzabwe ani ainza oku-
kutegera ?

27

Awo Yobu naleta nate olugerolwe nayogera nti 1
Nga Katonda bwali omulamu alide ensonga 2
yange ;
Era Omuinza webintu byona, eyeralikiriza ememe
yange ;
[Kubanga obulamu bwange bukyali bulamba mu- 3
nze,
Nomwoyo gwa Katonda guli mu nyindo zange ;]
Mazima emimwa gyange tegyogere butali butu- 4
kirivu,
So nolulimi lwange terwatule bulimba.
Katonda akidize eri nze okubawa obutukirivu : 5
Okutusa lwendifa siryegyako obugolokofu bwa-
nge.
Obutukirivu bwange mbunyuweza so siributa : 6
Omutima gwange teguli'nenya nga nkyali mu-
lamu.
Omulabe wange abe ngomubi, 7
Noyo angolokokerako abe ngatali mutukirivu.

8 Kubanga esubi lyatamanyi Katonda kye ki newakubade nga yefunira amagoba,
Katonda bwagyawo obulamubwe?
9 Katonda aliwulira okukabakwe,
Enaku bwezimutukako?
10 Alisanyukira Omuinza webintu byona,
Nakabira Katonda mu biro byona?
11 Ndibaigiriza ebyomukono gwa Katonda;
Ekiri Nomuinza webintu byona sikikweke.
12 Laba, mwe mwena mwe be nyini mukirabye;
Kale kiki ekyabafulira dala abataliko kyemugasa!
13 Guno gwe mugabo gwomuntu omubi eri Katonda,
Nobusika bwabajozi bwebawebwa Omuinza webintu byona.
14 Abanabe bwebeyongera, beyongerera ekitala;
Nendaye terikuta mere.
15 Abalisigalawo kuye balizikibwa mu kufa,
Ne banamwandube tebalikungubaga.
16 Newakubade ngatuma feza ngenfufu,
Nategeka ebyambalo ngetaka;
17 Okutegeka ainza okubitegeka, naye omutukirivu yalikyambala,
Era ataliko musango yaligabana feza.
18 Azimba enyumbaye ngekiwojolo,
Era ngensisira omukumi gyakola.
19 Agalamira nga mugaga, naye talikungulwa;
Azibula amaso, awo nga takyaliwo.
20 Ebitisa bimukwata ngama'zi;
Kibuyaga amutwala kyama kiro.
21 Embuyaga ezebuvanjuba zimutwalira dala nagenda;
Nezimugya mu kifokye lwa manyi.
22 Kubanga (Katonda) alimukasukira natasasira:
Yandyagade okuduka mu mukonogwe.
23 Abantu balimukubira mu ngalo,
Era balimusoza ave mu kifokye.

28

Mazima waliwo gyebasimira feza, 1
Nekifo kya zabu gyebalongosa.
Ekyuma kigyibwa mu taka, 2
Nekikomo bakisanusa okukigya mu jinja.
(Abantu) babibira ekizikiza, 3
Nebakenenya okutuka ku nsalo ekomererayo
Amainja agekizikiza ekikute nagekisikirize ekyokufa.
Basima obunya obuli ewala nabantu webatula ; 4
Berabirwa ekigere (ekiitawo) :
Balengejera wala nabantu, bawubibwawubibwa eruwi neruwi.
Ensi yevamu emere : 5
Era wansi evunikibwa ngekivunikibwa nomuliro.
Amainja gayo kifo kya safiro, 6
Era erina enfufu eya zabu.
Ekubo eryo tewali nyonyi ei'ga erimanyi, 7
So namaso ga kamunyi tegalirabanga :
Ensolo ezamalala teziririnyangamu, 8
So nempologoma enkambwe teriitangamu.
Agolola omukonogwe ku jinja eryembalebale ; 9
Avunika ensozi okuvira dala wezisibuka.
Atema ensalosalo mu njazi ; 10
Namasoge galaba buli kintu ekyomuwendo omungi.
Asiba emiga gireme okukulukuta ; 11
Nekigambo ekyakisibwa akireta awalaba.
Naye amagezi galirabika wa ? 12
Nekifo ekyokutegera wekubera kirirudawa ?
Abantu tebamanyi muwendo gwago ; 13
So tegalabika munsi eyabalamu.
Obuziba bwogera nti Tegali munze : 14
Nenyanja eyogera nti Tegali wendi.
Tegafunika lwa zabu, 15
So ne feza teripimibwa okugagula.

16 Tegainzika kwenkanyankanyizibwa ne zabu eya Ofira,
Ne onuko eyomuwendo omungi oba safiro.
17 Zabu nendabirwamu tebiinza kugenkana:
So namakula aga zabu enungi tegaliba buguzi bwago.
18 Tebalyogera ku kolali namainja agendabirwamu:
Wewawo, omuwendo ogwamagezi gusinga amainja amatwakavu.
19 Topazi eriva Ebwesiyopya teririgenkana,
So tegalyenkanyankanyizibwa ne zabu enungi.
20 Kale amagezi gava wa?
Nekifo okutegera wekubera kiririrudawa?
21 Kubanga gakwekebwa amaso gabalamu bona,
Era gakisibwa enyonyi ezomubanga.
22 Okuzikirira Nokufa kwogera nti
Twawulira ekigambo kyago namatu gafe.
23 Katonda ategera ekubo lyago,
Era yamanyi ekifo kyago.
24 Kubanga atunulira okutuka ku nkomerero zensi,
Era alaba ebiri wansi wegulu lyona;
25 Okukolera empewo ekigero;
Wewawo, apima ama'zi nekipima.
26 Bweyatekera enkuba eteka,
Nekubo eryokumyansa okwokubwatuka:
27 Awo nalyoka agalaba nagabulira;
Yaganyuweza, wewawo, naganonyeza dala.
28 Era nagamba abantu nti
Laba, okutya Mukama okwo ge magezi;
Nokuleka obubi kwe kutegera.

29

1 Awo Yobu naleta nate olugerolwe nayogera nti
2 Singa mbade nga bwenali mu myezi egyaita,
Nga bwenali mu naku Katonda zeyandabiriramu;

Etabazaye lweyayakiranga omutwe gwange,
Nomusanagwe gwe gwantambuza okuita mu kizikiza ;
Nga bwenali enaku zange nga zengede,
Ekyama kya Katonda bwekyabanga ku wema yange ;
Omuinza webintu byona bweyali ngakyali nange,
Nabana bange nga bakyanetolode ;
Ebigere byange bwebyanazibwanga nomuzigo,
Nolwazi bwerwanfukira emiga egyamafuta !
Bwenafulumanga nengenda eri omulyango mu kibuga,
Bwenategekanga entebe yange mu lugudo,
Abalenzi bandaba nebekweka,
Abakade nebaimuka nebaimirira ;
Abakungu nebaleka okwogera,
Nebateka omukono gwabwe ku kamwa kabwe ;
Edobozi eryabakulu nerisirika,
Olulimi lwabwe nerwegata nekibuno kyakamwa kabwe.
Kubanga okutu bwekwampuliranga nekulyoka kunebaza ;
Era eriso bweryandabanga neriba mujulirwa wange :
Kubanga nawonyanga omwavu eyakaba,
Era natalina kitawe eyabulwa owokumubera.
Omukisa gwanjijira oyo gweyansabira eyali ayagala okuzikirira :
Nenyimbisa olwesanyu omutima gwa namwandu.
Nayambala obutukirivu nebumbikako :
Obutalya nsonga bwange nebuba ngomunagiro nengule.
Nabanga amaso eri omuzibe,
Era nabanga ebigere eri omuwenyevu.
Nabanga kitabwe wabetaga :
Era nakeberanga ensonga yoyo gwesamanya.
Era namenyanga atali mutukirivu oluba,
Nensika omuigo nengugya mu manyoge.

18 Awo nenjogera nti Ndifira mu kisu kyange,
Era ndyongera enaku zange ngomusenyu:
19 Emizi gyange giranze eri ama'zi,
Nomusulo gubera ku tabi lyange negukesa obude:
20 Ekitibwa kyange kigya gyendi,
Nomutego gwange gu'zibwa bugya mu mukono gwange.
21 Nze abantu bampulirizanga nebalinda,
Nebasirikira okutesa kwange.
22 Nga ndese ebigambo bo nebatayogera nate;
Okwogera kwange nekubagwako.
23 Era banindirira nga bwebalindirira enkuba;
Era bayasama nyo akamwa kabwe ngabayasamira enkuba eya togo.
24 Bwenabasekeranga nebatakiriza;
Nomusana gwamaso gange tebāgusula.
25 Nerobozanga ekubo lyabwe nentula ngomukulu,
Nembera nga kabaka mugye,
Ngomuntu akubagiza abakungubaga.

30

1 Naye kakano bensinga obukulu bansekerera,
Bakitabwe nabanyoma okubateka wamu nembwa ezekisibo kyange.
2 Wewawo, amanyi agemikono gyabwe gandingasiza ki?
Abantu abawedemu obuvubuka.
3 Bakozimbye olwokwetaga nenjala;
Bameketa etaka ekalu mu kizikiza ekyoküziko nokwononeka.
4 Banoga enkunga awali ebisaka;
Nenkolo ezomwolola ye mere yabwe.
5 Bagobebwa wakati (mu bantu);
Babalangira nga bwebamulangira omu'bi.
6 Kibagwanira okubera mu njatika ezomubiwonvu,
Mu binya ebyomutaka nebyomunjazi.

Balira mu bisaka, 7
Wansi wemyenyango webakunganira.
Bana ba basirusiru, wewawo, bana ba basaja aba- 8
talina linya ;
Bakubibwa emiga nebagobebwa munsi.
Awo kakano nze nfuse oluimba lwabwe, 9
Wewawo, ndi kigambo kya buwemu gyebali.
Bantamwa, banesamba, 10
Tebaleka kumpandira malusu mu maso.
Kubanga asumulude omugwagwe nambonya- 11
bonya,
Era basude olukoba olugoba mu maso gange.
Ku mukono gwange ogwadyo kugolokokera aba- 12
lalulalu ;
Basindikiriza ebigere byange,
Era batuma kunze amakubo gabwe agokuzikirira.
Bonona ekubo lyange, 13
Bongera ku naku zendabye,
Abantu ababulwa owokubabera.
Baja ngabaita mu kituli ekiwagule ekigazi : 14
Wakati mu matongo bangwako.
Ebitisa bikyuse okungwako, 15
Baiganya ekitibwa kyange ngempewo;
Nomukisa gwange guwedewo ngekire.
Era kakano ememe yange efukidwa munda 16
yange ;
Enaku ezokubonyabonyezebwamu zinkute.
Ekiro amagumba gange gafumitidwa munze, 17
(Nobubalagaze) obunuma tebuwumula.
Olwamanyi amangi (agendwade yange) ekyambalo 18
kyange kyononese :
Ensibira dala ngekitogi kyekizibawo kyange.
Ansude mu bitosi, 19
Era nfuse ngenfufu nevu.
Nkukabira so tonziramu : 20
Nyimirira, nontunulira.
Okyuse okuba omukambwe gyendi : 21

Olwamanyi agomukonogwo onjiganya.
22 Onsitulira awali empewo nozinebagazako ;
Era onsanusiza mu kibuyaga.
23 Kubanga manyi ngolintusa mu kufa,
Neri enyumba eyatekerwawo abalamu bona.
24 Mazima tagololere mukonogwe ku ntumo eyebyagwa ;
Newakubade nga (bibera) mu kuzikirirakwe, omuntu ainza okulira olwebyo.
25 Samukabira amaziga oyo eyali mu naku ?
Ememe yange teyanakuwalira oyo eyetaga ?
26 Bwenasubira ebirungi, ebibi nebiryoka bija ;
Era bwenalindirira omusana, ekizikiza nekija.
27 Ebyenda byange byesera nebitawumula ;
Enaku ezokubonyabonyezebwamu zintuseko.
28 Ntambula nga mpubala awatali njuba :
Nyimirira mu kunganiro nenkuba endulu bambere.
29 Ndi muganda webibe,
Ne bamaya ndi munabwe.
30 Ediba eryomubiri gwange lidugade, linsasambulako,
Namagumba gange gokedwa nolubugumu.
31 Enanga yange kyevude (ekyuka) okuwubala,
Nomulere gwange gufuse dobozi lyabo abakaba amaziga..

—

31

1 NALAGANA endagano namaso gange ;
Kale nandiinziza ntya okutunulira omuwala ?
2 Kubanga omugabo gwa Katonda oguva wagulu kye kiki,
Nobusika Obwomuinza webintu byona oburi engulu ?
3 Si buinike eri atali mutukirivu,
Nokulaba enaku eri abakola ebyobujemu ?

Talaba makubo gange, 4
Nabala ebigere byange byona?
Obanga nali ntambude nobutalimu, 5
Obanga ekigere kyange kyanguye okukusakusa;
[Mpimibwe mu minzani eyenkanankana, 6
Katonda alyoke amanye obutayonona bwange;]
Obanga ekigere kyange kyali kikyamye mu kubo, 7
Nomutima gwange obanga gwali gugoberede amaso gange,
Era obanga ebala lyona lyali lyegase nengalo zange:
Kale nze nsige, omulala alye; 8
Wewawo, emere eyomunimiro yange esimbulibwe.
Omutima gwange obanga gwali gusendedwa eri 9 omukazi,
Nentegera ku muzigo gwa munange:
Kale mukazi wange asere omulala, 10
Era abalala bakutame kuye.
Kubanga ekyo kyandibade kya kive; 11
Wewawo, kyandibade kibi ekigwana abalamuzi okukibonereza:
Kubanga muliro ogwokya neguzikiriza, 12
Era ogwagala okusimbula emere yange yona.
Obanga nali nyomye ensonga eyomudu wange oba 13 omuzana wange,
Bwebampawabira:
Kale ndikola ntya, Katonda bwaligolokoka? 14
Era bwalinjijira, ndimudamu ntya?
Eyankola nze mu lubuto siye yamukola ye? 15
Eyatubumba mu lubuto fembi somu?
Obanga nali mbamye abavu kyebegomba, 16
Oba nali mazizawo amaso ga namwandu;
Oba nali ndide akamere kange nzeka; 17
So atalina kitawe talideko;
[Neda, okuva mu buto bwange yakulira wamu 18 nange nga kitawe,
Ne (namwandu) nabanga muleziwe okuva mu lubuto lwa mange;]

19 Obanga nali ndabye nomu ngafa olwokubulwa ebyambalo,
Oba eyetaga nga talina kyeyebika :
20 Ekiwatokye obanga tekyanebaza,
Era obanga tabugumye na byoya bya ndiga zange ;
21 Obanga nali nyimusiza omukono gwange eri atalina kitawe,
Kubanga nalaba anambera mu mulyango :
22 Awo ekibegabega kyange kive ku nkwakwa,
Nomukono gwange gukutuke okuva ku gumba.
23 Kubanga obuinike obuva eri Katonda bwabanga entisa gyendi,
Era olwobukulubwe nesibako kyenyinza kukola.
24 Obanga nali nfude zabu okuba esubi lyange,
Era obanga nali ngambye zabu enungi nti Gwe bwesige bwange ;
25 Obanga nali nsanyuse kubanga obugaga bwange bwali bungi,
Era kubanga omukono gwange gwali gufunye bingi ;
26 Obanga nali ntunulide enjuba,
Oba omwezi nga gutambulira mu kumasamasa ;
27 Omutima gwange negusendebwa kyama,
Akamwa kange nekanywegera omukono gwange :
28 Era nekyo kyandibade kibi ekigwana abalamuzi okukibonereza :
Kubanga nandirimbye Katonda ali wagulu.
29 Obanga nali nsanyukide oyo eyankyawa ngazikiride,
Oba nali neimusiza obubi bwebwamulaba ;
30 [Wewawo, saganya kamwa kange kwonona
Nga nsaba obulamubwe nga nkolima ;]
31 Abasaja abomuwema yange obanga tebayogera nti
Ani ainza okulaba omuntu atakuse nyamaye ?
32 Omugenyi teyasulanga mu lugudo ;
Naye nagulirangawo enzigi zange omutambuze ;
33 Obanga nali mbise ku kusobya kwange nga Adamu,

Nga nkisa obutali butukirivu bwange mu kifuba kyange ;
Kubanga nali ntide ekibina ekinene, 34
Nokunyomebwa ebika nekunkanga,
Nokusirika nensirika nesiva mu mulyango—
Singa wabadewo anampulira ! 35
[Laba, kano ke kabonero kange, Omuinza webintu byona anziremu ;]
Era singa mbade nekyo omulabe wange kyampawabide kyawandikide !
Mazima nandikisitulide ku kibegabega kyange ; 36
Nandikyesibye nga kiremba.
Nandimubulide ebigere byange bwebyenkana 37
omuwendo ;
Nandimusemberede ngomukungu.
Ensi yange bwenempawabira, 38
Nebibibi byayo nebikabira wamu amaziga ;
Obangi nali ndide ebibala byamu awatali feza, 39
Oba nali nfisiza banyiniyo :
Omwenyango gude mu kifo kyengano, 40
Ne sere mu kifo kya sairi.

Ebigambo bya Yobu biwede.

32

Awo abasaja abo abasatu nebaleka okumudamu 1
Yobu, kubanga yali mutukirivu mu masoge ye.
Awo obusungu bwa Eriku nebulyoka bwaka, 2
mutabani wa Balakeri Omubuzi, owomukika kya Lamu ; obusungubwe nebwaka eri Yobu, kubanga yeita mutukirivu so si Katonda. Era obusungu- 3
bwe nebwaka neri mikwanogye bonsatule kubanga tebalaba kya kudamu, naye nebamusalira Yobu okumusinga. Era Eriku yali alindiride okwogera 4
ne Yobu, kubanga waliwo abamusinga obukulu.
Awo Eriku bweyalaba nga mu kamwa kabasaja 5

abo abasatu temuli kya kudamu, obusungubwe nebwaka.

6 Awo Eriku mutabani wa Balakeri Omubuzi nadamu nayogera nti

Nze muto, namwe bakade nyo ;
Kyenavude nzibikiriza nesanganga kubalaga kyendowoza.

7 Njogede nti Enaku ze zandyogede,
Olufulube lwemyaka lwandiigiriza amagezi.

8 Naye waliwo omwoyo mu bantu,
Nomuka Gwomuinza webintu byona gubawa okutegera.

9 Abakulu sibe bagezi,
So nabakade sibe bategera emisango.

10 Kyenvude njogera nti Mumpulire ;
Era nange nalaga kyendowoza.

11 Laba, nindiride ebigambo byamwe,
Mpuliri'za ensonga zamwe,
Nga munonya byemuba mwogera.

12 Wewawo, nteze okutu eri mwe,
Era, laba, nga tewali amusinze Yobu,
Newakubade azemu ebigambobye kumwe.

13 Mwekume muleme okwogera nti Tulabye amagezi ;
Mpozi Katonda ainza okumuwangula, si bantu :

14 Kubanga ebigambobye tabirungamiza okubyogera kunze ;
So simudemu na kwogera kwamwe.

15 Basamaliride, tebakyayanukula :
Tebalina kigambo kya kwogera.

16 Nange nalindirira, kubanga tebogera,
Kubanga baimirira buimirizi nga tebakyayanukula ?

17 Era nange nayanukula ebyange,
Era nange nalaga kyendowoza.

18 Kubanga njijude ebigambo ;
Omwoyo gwange oguli munze gumpaliriza.

Laba, olubuto lwange luli nganga omwenge ogu- 19
taliko wegufuluma ;
Ngamaliba amagya lwagala okwabika.
Nayogera ndyoke mperewere ; 20
Nayasama emimwa gyange nenziramu.
Nkwegairide, neme okusosola mu bantu eri omu- 21
ntu yena ;
So siwe muntu yena amanya agokunyumiriza.
Kubanga simanyi kuwa manya ga kunyumiriza ; 22
Omutonzi wange yandinziyewo mangu.

33

Naye, Yobu, nkwegairide, wulira okwogera kwa- 1
nge,
Era tega okutukwo eri ebigambo byange byona.
Laba no, njasamye akamwa kange, 2
Olulimi lwange lwogede mu kamwa kange.
Ebigambo byange (binayatula) obugolokofu bwo- 3
mutima gwange :
Nemimwa gyange byegimanyi byeginayogera
awatali bukusa.
Omwoyo gwa Katonda gwe gwankola, 4
Nomuka Gwomuinza webintu byona gwe gumpa
obulamu.
Oba oinza, nziramu ; 5
Liranya (ebigambobyo) mu maso gange, oimirire
wakati.
Laba, ndi awali Katonda era nga gwe bwoli : 6
Era nange nabumbibwa okuva mu taka.
Laba, entisa yange tekukange, 7
So nokunyigiriza kwange tekukuzitowerere.
Mazima oyogede nze nga mpulira, 8
Nange mpulide edobozi lyebigambobyo (ngoyo-
gera nti)
Ndi mulongofu nga siriko kusobya ; 9
Siriko musango, so munze temuli butali butu-
kirivu :

10 Laba, anziyako ensonga,
Ampita mulabewe ;
11 Ateka ebigere byange mu nvuba,
Alabirira amakubo gange gona.
12 Laba, nakudamu, mwekyo tolina nsonga ;
Kubanga Katonda asinga omuntu obukulu.
13 Kiki ekikuwakanya naye ?
Kubanga tabalirira muwendo gwa bigambobye byona.
14 Kubanga Katonda ayogera omulundi gumu,
Wewawo, emirundi ebiri, (abantu newakubadenga) tebasayo mwoyo.
15 Mu kiroto, mu kwolesebwa okwomukiro,
Otulo otungi bwetukwata abantu,
Nga babongota ku kitanda ;
16 Awo nalyoka agula amatu gabantu,
Nateka akabonero ku kuigirizibwa kwabwe,
17 Agye abantu mu kutesa kwabwe,
Era akweke abantu amalala ;
18 Aziiza ememeye obuta'ka mu kinya,
Nobulamubwe buleme okufa nekitala.
19 Nokulumwa kumukangavula ku kitandakye,
Nokulwana okutamala mu magumbage :
20 Obulamubwe nokutamwa nebutamwa emere,
Nememeye ekyokulya ekiyonjo.
21 Omubirigwe gumalibwawo nokuinzika negutainzika kulabibwa ;
Namagumbage agali tegalabika negakukunala.
22 Wewawo, ememeye esemberera ekinya,
Nobulamubwe busemberera abazikiriza.
23 Oba waliwo wamu naye malaika,
Omutegeza, omu ku łukumi,
Okwolesa abantu ebibagwanira ;
24 Awo namukwatirwa ekisa nayogera nti
Muwonye aleme okuka mu kinya,
Ndabye ekinunulo.
25 Omubirigwe guliba mugya okusinga ogwomwana omuto ;

Ada mu naku zobutobwe :
Asaba Katonda, era amukwatirwa ekisa ; 26
Nokulaba alaba amasoge nesanyu :
Era amuwa nate omuntu obutukirivubwe.
Aimbira mu maso gabantu nayogera nti 27
Nyononye nenyola ekyo ekyali ekirungi,
So siriko kyenagasibwa :
Anunude ememe yange obutaka mu kinya, 28
Nobulamu bwange bulitunulira omusana.
Laba, ebyo byona Katonda abikola, 29
Emirundi ebiri, wewawo, nesatu eri omuntu,
Okukomyawo ememeye mu kinya, 30
Ayakirwe omusana ogwabalamu.
Wetegereze nyo, ai Yobu, ompulire : 31
Sirika, nange nayogera.
Obanga olina ekyokwogera nziramu : 32
Yogera, kubanga njagala okukufula omutukirivu.
Obanga siwewawo, mpulira : 33
Sirika, nange nakuigiriza amagezi.

34

Era nate Eriku nadamu nayogera nti 1
Muwulire ebigambo byange, mwe abasaja abamagezi ; 2
Era mutege okutu gyendi, mwe abalina okutegera.
Kubanga okutu kukema ebigambo, 3
Ngamatama bwegalega ku mere.
Twerondere ekyo ekinaba ekyensonga : 4
Tumanye feka na feka ebirungi bwebiri.
Kubanga Yobu ayogede nti Nze ndi mutukirivu, 5
Era nti Katonda anziyeko ensonga yange :
Newakubade nga nina ensonga (mpitibwa) mulimba ; 6
Ekiwundu kyange tekiwonyezeka, (newakubade nga) siriko kusobya.

7 Muntu ki afanana Yobu,
Anywa okunyomebwa ngama'zi?
8 Atambulira awamu nabakola ebitali bya butukirivu,
Era atambulira awamu nabasaja ababi.
9 Kubanga ayogede nti Omuntu tekiriko kyekimugasa
Okusanyukira Katonda.
10 Kale mumpulire, mwe abasaja abalina okutegera:
Kidire eri awali Katonda, ye okukola obubi;
Nawali Omuinza webintu byona, ye okukola ebitali bya butukirivu.
11 Kubanga alisasula omuntu omulimugwe,
Era alirabya buli muntu ngamakuboge bwegali.
12 Wewawo, mazima Katonda talikola bubi,
So Nomuinza webintu byona talirya nsonga.
13 Ani eyamuteresa ensi okugikuma?
Oba ani eyatekateka ebintu byona bwebyenkana?
14 Bwateka omutimagwe ku bantu,
Bwakunganyiza gyali omwoyogwe nomukagwe;
15 Byona ebirina omubiri birizikiririra wamu,
Abantu nebada mu nfufu.
16 Kale oba (olina) okutegera, wulira kino:
Wulira edobozi lyebigambo byange.
17 Akyawa ebyensonga oyo alifuga?
Era onomusalira oyo omutukirivu era owamanyi okumusinga?
18 Kirungi okugamba kabaka nti (Gwe) mugwagwa!
(Oba) abakungu nti (Mwe) babi?
19 (Okusinga enyo si kirungi okugamba) oyo atatya maso ga balangira,
So talowoza mugaga okusinga omwavu?
Kubanga bona mulimu gwa mikonogye.
20 Bafa mu kasera akatono, mu tuntu;
Abantu bakankanyizibwa nebaitawo,
Nabamanyi bagyibwawo awatali mukono.
21 Kubanga amasoge gatunulira amakubo agomuntu,
Era alaba okutambulakwe kwona.

Tewali kizikiza newakubade ekisikirize ekyokufa, 22
Abakola ebitali bya butukirivu webainza okwekweka.
Kubanga teyetaga kweyongera kulowoza omuntu, 23
Atuke mu maso ga Katonda okusalirwa omusango.
Amenyamenya abasaja abamanyi (mu ngeri) etenonyezeka, 24
Era asawo abalala mu kifo kyabwe.
Kyava alabirira emirimu gyabwe; 25
Era abavunika kiro nokuzikirizibwa nebazikirizibwa.
Abakuba ngababi 26
Mu maso gabalala aweru;
Kubanga bakyama obutamugoberera, 27
So tebayagala kusayo mwoyo eri amakuboge gona:
Nokutusa nebatusa gyali okukaba kwomwavu, 28
Nawulira okukaba kwabo ababonyabonyezebwa.
Ye bwawa okuterera, awo ani ainza okusala omusango okusinga? 29
Era ye bwakweka amasoge, awo ani ainza okumutunulira?
Obanga gwanga obanga muntu, kyona bwe bumu:
Omusaja atamanyi Katonda aleme okufuga, 30
Waleme okubawo anatega abantu.
Kubanga waliwo eyali agambye Katonda, nti 31
Mbonerezebwa, sikyasobya (nate):
Kyesiraba kinjigirize: 32
Obanga nkoze obujemu sikyabukola nate?
Emperaye eriba nga gwe bwoyagala nokugana nogigana? 33
Kubanga gwoba weroboza so si nze:
Kale yogera ekyo kyomanyi.
Abantu abalina okutegera balingamba nti 34
Wewawo, buli muntu owamegezi ampulira, (anangamba) nti
Yobu ayogera nga talina kumanya, 35

Nebigambobye tebirimu magezi.
36 Yobu singa akemedwa okutusa enkomerero,
Kubanga ayanukula ngabantu ababi.
37 Kubanga ayongera obujemu ku kwononakwe,
Akuba mu ngaloze ngaima wakati mufe,
Era ayongerayongera ebigambobye okuwakanya Katonda.

35

1 Era nate Eriku nadamu nayogera nti
2 Olowoza ekigambo ekyo ye nsongayo,
(Oba) oyogera nti Obutukirivu bwange businga obwa Katonda?
3 Nokwogera noyogera nti Kirikugasa ki?
(Era) nti Ndifuna magoba ki gendiba nago okukira genandifunye singa nayonona?
4 Nze nakudamu,
Ne ba'no wamu nawe.
5 Tunulira egulu olabe;
Era tunulira egulu erikusinga obugulumivu.
6 Obanga oyononye omukola ki?
Okusobyakwo bwekweyongerayongera, omukola ki?
7 Bwoba nobutukirivu, omuwa ki?
Oba awebwa ki mu mukonogwo;
8 Obubibwo (buinza okulumya) omuntu nga gwe bwoli;
Nobutukirivubwo (buinza okugasa) omwana womuntu.
9 Olwokujogebwa okungi enyo bakaba;
Bakuba endulu baberwe olwomukono ogwabamanyi.
10 Naye tewali ayogera nti Katonda Omutonzi wange alirudawa,
Awa enyimba ekiro;
11 Atuigiriza okusinga ensolo ezokunsi,
Era atuwa amagezi okukira enyonyi ezomubanga?

Bakabira eyo, naye tewali adamu, 12
Olwamalala agabantu ababi.
Mazima Katonda tawulire bigambo ebitalimu, 13
So Nomuinza webintu byona taseyo mwoyo.
Kale (aliwulira) atya bwoyogera nti tomulaba, 14
Ensonga eri mu masoge, nawe omulindirira?
Naye kakano kubanga tabonere'za na busungu- 15
bwe,
So tasayo nyo omwoyo eri esukuti;
Yobu kyava ayasama akamwake okwogera ebi- 16
gambo ebitalimu;
Ayongerayongera ebigambo awatali kumanya.

36

Era nate Eriku neyeyongera nayogera nti 1
Soka ondeke, nange nakunyonyola; 2
Kubanga nkyaliko kyenjagala okwogera kulwa
Katonda.
Nagya wala okumanya kwange, 3
Era namusako obutukirivu Omutonzi wange.
Kubanga mazima ebigambo byange si bya buli- 4
mba:
Omuntu eyatukirira mu kumanya ali nawe.
Laba, Katonda wa manyi, so tanyoma muntu 5
yena:
Wa manyi mu buinza obwokutegera.
Takuma bulamu bwababi: 6
Naye abawa ababonyabonyezebwa ebyabwe.
Tagya masoge ku batukirivu: 7
Naye awali bakabaka ku ntebe
Gyabateka emirembe gyona nebagulumizibwa.
Era bwebaba nga basibidwa namasamba, 8
Era nga bakwasibwa nemigwa egyokubonyabo-
nyezebwa;
Awo nabalaga omulimu gwabwe, 9
Nokusobya kwabwe nga bagize ebyamalala.

10 Era agulawo okutu kwabwe okuwulira okuigirizibwa,
Nabalagira bakomewo okuva mu butali butukirivu.
11 Bwebawulira nebamuwereza,
Balimala enaku zabwe nga balabye omukisa,
Nemyaka gyabwe nga basanyuka.
12 Naye bwebatawulira balizikirira nekitala,
Era balifa awatali kumanya.
13 Naye abo abatamanyi Katonda mu mutima batereka obusungu:
Tebakuba ndulu baberwe bwabasiba.
14 Bafa nga bakyali bato,
Nobulamu bwabwe (buzikirira) mwabo abatali balongofu.
15 Awonya oyo abonyabonyezebwa olwokubonyabonyezebwakwe.
Era agula okutu kwabwe bwebajogebwa.
16 Wewawo, yandikugye mu kulaba enaku
Nakuingiza mu kifo ekigazi awatali kunyigirizibwa;
Nekyo ekitekebwa ku mezayo kyandijude obugimu.
17 Naye gwojude omusango gwomubi:
Omusango nokusala ebyensonga bikukwata.
18 Kubanga waliwo obusungu, wekume oleme okutwalibwa nobugaga;
So enguzi tekukyamyanga kubanga nene.
19 Obugagabwo bunamala oleme okulaba enaku,
Oba obuinza bwona obwamanyigo?
20 Tewegomba kiro,
Amawanga bwegazikirizibwa mu kifo kyago.
21 Wekume oleme okutunulira obutali butukirivu:
Kubanga werobozeza obwo okusinga okubonyabonyezebwa.
22 Laba, Katonda akola ebigulumivu mu buinzabwe:
Ani omuigiriza afanana ye?
23 Ani eyali amulagide ekubolye?

Oba ani ainza okwogera nti Okoze ebitali bya butukirivu?
Jukira okugulumizanga omulimugwe, 24
Abantu gwebaimbangako.
Abantu bona bāgutunulira; 25
Abantu bagulengera nga baima wala.
Laba, Katonda mukulu, nafe tetumumanyi; 26
Omuwendo gwemyakagye tegunonyezeka.
Kubanga awalula wagulu amatondo gama'zi, 27
Agatonya enkuba eva mu mukagwe:
Egulu geriyiwa 28
Nerigatonya ku bantu mangi nyo.
Wewawo, waliwo ainza okutegera ebire bwebi- 29
bambibwa,
Okubwatuka okwomuwemaye?
Laba, yeyalirira omusanagwe okwetolola; 30
Era asanikira ku nyanja wansi.
Kubanga olwebyo asala emisango gyamawanga; 31
Agaba emere nyingi nyo.
Abika engaloze nenjota; 32
Era aziragira zikube sabawa.
Edobozi lyazo linyonyola ebigambobye, 33
Era libulira nente (kibuyaga) ayambuka.

37

Era nekyo kikankanya omutima gwange, 1
Negunyenyezebwa okuva mu kifo kyagwo.
Muwulire okuwuma kwedobozirye, 2
Nokududuma okuva mu kamwake.
Akusindika wansi wegulu lyona, 3
Nokumyansakwe kubuna enkomerero zensi.
Oluvanyuma lwakwo edobozi neriwuluguma; 4
Abwatuka nedobozi eryobukulubwe:
So tabiziiza edobozirye bweriwulirwa.
Katonda abwatuka kitalo nedobozirye; 5
Akola ebikulu byetutainza kutegera.

6 Kubanga agamba omuzira nti Gwa kunsi;
Era bwatyo bwagamba oluwandagirize,
Nempandagirize ezenkubaye eyamanyi.
7 Asa akabonero ku mukono gwa buli muntu;
Abantu bona beyatonda balyoke bakimanye.
8 Awo ensolo nezigenda mu makwekero,
Nezibera mu mpuku zazo.
9 Mu kisenge (ekyobukika obwadyo) mwe muva omuyaga:
Empewo neziva mu bukika obwa kono.
10 Omuka gwa Katonda gwe guleta omuzira:
Nama'zi bwegenkana obugazi negakwata.
11 Wewawo, ajuza ekire ekiziivu ama'zi;
Abamba ekire ekyenjotaze:
12 Era okulungamyakwe kwe kukikyusakyusa eruwi neruwi,
Bikolenga byona byabiragira
Kungulu kunsi yona kwebereka:
13 Obanga kya kubulirira, obanga kya nsiye,
Obanga kya kusasira, kyava akireta.
14 Ekyo kiwulire, gwe Yobu:
Imirira buimirizi, olowoze ebikolwa bya Katonda ebyekitalo.
15 Omanyi Katonda bwabikutira,
Nayasa enjota ezomukirekye?
16 Omanyi okuterezebwa kwebire,
Ebikolwa ebyekitalo ebyoyo eyatukirira mu kumanya?
17 Ebyambalobyo bwebibuguma,
Ensi ngesirise (olwembuyaga) ezobukika obwadyo?
18 Oinza okubambira egulu awamu naye,
Amanyi galyo genkana endabirwamu ensanuse?
19 Tuigirize byetuba tumugamba;
(Kubanga) tetuinza kuliranya (kwogera kwafe) olwekizikiza.
20 Anabulirwa nga njagala okwogera?
Oba omuntu yandyagade okumiribwa?

Era kakano abantu tebalaba musana ogumasa-masa mu gulu: 21
Naye embuyaga neziita neziryerula.
Mu bukika obwa kono mwe muva okuyakaya-kana okuli nga zabu: 22
Katonda ayambade ekitibwa ekikanga.
Omuinza webintu byona tetuinza kumunonya; 23
asinga bona obuinza:
Era mu musango ne mu butukirivu obusukirivu talibonyabonya.
Abantu kyebava bamutya: 24
Tabasako mwoyo abo bona abalina emitima egyamagezi.

38

Awo Mukama nalyoka amudamu Yobu ngaima 1
mu mbuyaga ezakazimu nayogera nti
Ani ono aleta ekizikiza mu kutesa 2
Nebigambo ebitalimu kumanya!
Kale no wesibe ekimyu ngomusaja; 3
Kubanga nakubuza, nawe onziremu.
Wali olirudawa bwenasawo emisingi gyensi? 4
Yatula obolina okutegera.
Ani eyatesa ebigero byayo, obanga omanyi? 5
Oba ani eyagiregera omugwa?
Emisingi gyayo gyasibirwa kuki? 6
Oba ani eyasawo ejinja lyayo ekulu eryokunsonda;
Emunyenye ezenkya bwezaimbira awamu, 7
Nabana ba Katonda bona nebogerera wagulu olwesanyu?
Oba (ani) eyasiba enyanja nenzigi, 8
Bweyawaguza ngekiva mu lubuto;
Bwenafula ekire okuba ekyambalo kyayo, 9
Nekizikiza ekikute okuba ebiwero ebyokubika,
Bwenagiragira eteka lyange, 10
Nenzisawo ebisiba nenzigi,

11 Nenjogera nti Wano wokomanga so tosukangawo;
Era wano amayengogo agamalala wegaziirizibwanga?
12 Wali olagide enkya enakuzo kasokede zibawo,
Wali omanyisiza emambya ekifo kyayo;
13 Ekwate enkomerero zensi,
Era ababi bakunkumulwe okugivamu?
14 Ewanyisibwa ngebumba wansi wakabonero;
(Nebintu byona) bikukununka ngekyambalo:
15 Nababi omusana gwabwe gubagyibwako,
Nomukono ogugulumizibwa gumenyeka.
16 Wali oingide mu nsulo ezenyanja?
Oba wali otambude mu madubi agobuziba?
17 Enzigi ezokufa zali zikubikulidwa?
Oba wali olabye enzigi ezekisikirize ekyokufa?
18 Wali otegede ensi bweri engazi?
Yatula, obanga obimanyi byona.
19 Ekubo lirirudawa erida mu nyumba eyomusana,
Nekizikiza ekifo kyakyo kirirudawa;
20 Gwe okukiwerekera ku mbibi yakyo?
Era otegere amakubo okutuka ku nyumba yakyo?
21 Omanyi, kubanga wali ozalidwa mu biro ebyo,
Nomuwendo gwenakuzo mungi!
22 Wali oingide mu mawanika gama'zi amakwafu,
Oba wali olabye amawanika agomuzira,
23 Genaterekera ebiro ebyokulabiramu enaku,
Olunaku olwolutalo nobulwa?
24 Mu kubo ki omusana mwegwawukanira,
Oba embuyaga ezebuvanjuba mwezisasanira kunsi?
25 Ani eyasalira amataba olusalosalo,
Oba ekubo eryenjota ezokubwatuka;
26 Okutonyesa enkuba kunsi okutali muntu;
Ku lukola omutali muntu nomu;
27 Okukusa (etaka) eryazika eryalekebwa;
Nokulosa omudo omuto?
28 Enkuba erina kitawe wayo?
Oba ani eyazala amatondo agomusulo?

Mu lubuto lwani omwava ama'zi amakwafu? 29
Nomusulo omukwafu omweru ogwomugulu ani
eyaguzala?
Ama'zi gakwekebwa ngagakwekedwa namainja, 30
Ne kungulu ku buziba nga kukute.
Oinza okusiba ekikukulu kya Kakaga, 31
Oba okusumulula olukoba Lwentungalugoye?
Oinza okufulumya emunyenye mu ntuko zazo? 32
Oba oinza okulungamya Nabaliyo nabanabe?
Omanyi ebiragiro ebyomugulu? 33
Oinza okunyuweza okufuga kwalyo munsi?
Oinza okuimusa edoboziryo eri ebire, 34
Ama'zi amangi enyo gakubikeko?
Oinza okuwereza enjota zitambule, 35
Nezikugamba nti Fe tutuno?
Ani eyateka amagezi mu bitundu ebyomunda? 36
Oba ani eyawa ememe okutegera?
Ani ainza okubala ebire olwamagezi? 37
Oba ani ainza okutulula amaliba agomugulu,
Enfufu bwekulukuta neba efunfugu, 38
Amafunfugu negegatira dala?
Onoigira empologoma enkazi omuigo? 39
Oba onokusa okwegomba kwabana bempologoma,
Bwezisula mu mpuku zazo, 40
Nezibera mu bisaka okutega?
Ani alabira namungona emereye, 41
Abanabe bwebakabira Katonda,
Nebatambulatambula olwokubulwa ebyokulya?

39

Omanyi ebiro embulabuzi ezokunjazi mwezia- 1
lira?
Oba oinza okutegera empeyo bweziba namawako?
Oinza okubala emyezi gyezimala? 2
Oba omanyi ebiro mwezizalira?
Zikutama, zizala abana bazo, 3
Zegyamu obubalagaze bwazo.

4 Abana bazo zigeja, zikulira ebweru ku tale;
Zifuluma nezitada.
5 Ani eyata entulege okuba eyedembe?
Oba ani eyasumulula enkoba ezentulege?
6 Nafula ensiko okuba enyumba yayo,
Nensi eyomunyo okuba ekifo webera.
7 Enyoma oluyogano olwomukibuga,
So tewulira kulekana kwa mugobi.
8 Ensozi bwezenkana obugazi lye dundiro lyayo,
Era enonya buli kintu ekibisi.
9 Embogo enekiriza okukuwereza?
Oba enebera awali ekisibokyo?
10 Oinza okusiba embogo nolukoba lwayo ku kibibi?
Oba enerima ebiwonvu enyumawo?
11 Onogyesiga kubanga amanyi gayo mangi?
Oba onogirekera omulimugwo?
12 Onogyesiga okukomyawo ewuwo ensigozo,
Nokukunganya (engano) eyomugulirolyo?
13 Ekiwawatiro kya maya kisanyuka;
(Naye) ebiwawatirobye nebyoya birina ekisa?
14 Kubanga aleka amagige ku taka,
Nagabugumya mu nfufu,
15 Neyerabira ngekigere kiinza okugabetenta,
Oba ensolo eyomunsiko ainza okugalinyirira.
16 Akakanyalira abanabe ngabatali babe:
Newakubade ngateganira bwerere talina kutya;
17 Kubanga Katonda yamugyako amagezi,
So tamuwade kutegera.
18 Bwaba nga yegulumiziza,
Anyoma embalasi noyo agyebagala.
19 Wawa embalasi amanyi (gayo)?
Wayambaza obulago bwayo nolugingirima olukankana?
20 Wagibusa ngenzige?
Ekitibwa kyokufugula kwayo kya ntisa.
21 Etakulira mu kiwonvu, nesanyukira amanyi gayo:
Efuluma okusisinkana nabasaja abakute ebyokulwanyisa.

Esekerera okutya so tekengentererwa; 22
So teda nyuma awali ekitala.
Omufuko guwulungutira kuyo, 23
Efumu erimasamasa nakasale.
Emira etaka nobusungu nekiruwi; 24
So tekiriza nga lye dobozi eryekondere.
Ekondere buli lwerivuga, neyogera nti Bwotyo! 25
Nekonga olutalo nga lukyali wala,
Okubwatuka kwabami nokulekana.
Maga atumbira na magezigo, 26
Nabamba ebiwawatirobye eri obukika obwadyo?
Empungu erinya na kiragirokyo, 27
Nekola ekisu kyayo wagulu?
Ebera ku jinja, nenyumba yayo eri (okwo), 28
Ku linyo lyejinja nekifo ekyamanyi.
Erengera omuigo ngeima okwo; 29
Amaso gayo gagulaba nga guli wala.
Era nabana bayo banuna omusai: 30
Era awaba emirambo, gyebera eyo.

40

Era nate Mukama namudamu Yobu nayogera 1
nti

Aleta ensonga ezitalimu anayombesa Omuinza 2
webintu byona?
Awakanya Katonda akiwoze.

Awo Yobu nalyoka amudamu Mukama nayogera 3
nti

Laba, sirimu ka buntu; nakudamu ntya? 4
Nteka omukono gwange ku kamwa kange.
Njogede omulundi gumu, so sidemu; 5
Wewawo, emirundi ebiri, naye seyongere nate.

Awo Mukama namudamu Yobu ngaima mu mbu- 6
yaga ezakazimu nayogera nti

7 Wesibe no ekimyu ngomusaja:
Nakubuza, nawe onziremu.
8 Nokujulula onojulula omusango gwensala?
Gwononsalira nze omusango obere nobutukirivu?
9 Oba olina omukono nga Katonda?
Era oinza okubwatuka nedobozi erifanana eriryo?
10 Weyonje no nokuwoma nokutibwa;
Yambala ekitibwa nobukulu.
11 Fuka obusungubwo obusukiride:
Otunulire buli muntu owamalala omujeze.
12 Tunulira buli muntu owamalala omukakanye;
Olinyirire ababi webaimirira.
13 Bakise wamu mu nfufu;
Siba amaso gabwe mu (kifo) ekikisibwa.
14 Awo nange nendyoka nzikiriza kugwe
Ngomukonogwo gwe guinza okukulokola.
15 Laba no envubu gyenatondera awamu nawe;
Erya omudo ngente.
16 Laba no amanyi gayo gali mu kiwato kyayo,
Namawagali gayo gali mu binywa ebyomulubuto lwayo.
17 Yesaga omukira ngomuvule:
Ebinywa ebyomukiwato kyayo byegata wamu.
18 Amagumba gayo gali nganga enseke ezebikomo;
Amagulu gayo gali nganga ebyuma ebisiba.
19 Yekulira amakubo ga Katonda:
Ye (yeka) eyagitonda ainza okugisembereza ekitalakye.
20 Mazima ensozi zigizalira ebyokulya;
Ensolo zona ezomunsiko wezizanyira.
21 Egalamira wansi webisikirize byemiti,
Mu kwekero eryomundago ne mu bitosi.
22 Ebisikirize byemiti bigibikako;
Emyerebu egyomubuga gigyetolola.
23 Laba, omuga bwegwanjala, tekankana:
Eguma omwoyo Yolidani newakubade nga gujula negutuka ku kamwa kayo.

Waliwo anagikwata bweba ngetunula, 24
Oba anawumula enyindoze nekyambika?

41

Oinza okugyamu egonya nedobo? 1
Oba okunyigiriza olulimi lwayo nomugwa?
Oinza okuingiza omugwa mu nyindo zayo? 2
Oba okuwumula oluba lwayo nedobo?
Enekwegairira ebigambo bingi? 3
Oba enekugamba ebigambo ebigonvu?
Eneragana endagano nawe, 4
Ogitwale okuba omudu emirembe gyona?
Onozanya nayo nga bwozanya nenyonyi? 5
Oba onogisibira abawalabo?
Ebibina (ebyabavubi) birigifula obuguzi? 6
Banagigabanira mu basubuzi?
Oinza okujuza ediba lyayo ebyuma ebiriko amalobo, 7
Oba omutwe gwayo emiwunda egiswaga ebyenyanja?
Gitekeko omukonogwo; 8
Jukira olutalo oleme okweyongera okukola bwotyo.
Laba, esubirye lya bwerere: 9
Omuntu talikengentererwa bwagiraba obulabi?
Tewali mukambwe bwatyo nokwanganga nayanganga okugisagula: 10
Kale aliwa oyo ainza okuimirira mu maso gange?
Ani eyasoka okumpa, nze musasule? 11
(Byona ebiri) wansi wegulu lyona byange.
Sisirike magulu gayo, 12
Newakubade amanyi gayo amangi, newakubade okugatibwa kwayo okulungi.
Ani ainza okugyambula ekyambalo kyayo ekyokungulu? 13
Ani anatuka munda wenkoba zayo ebiri?
Ani ainza okugulawo enzigi ezamaso gayo? 14
Entisa yetolode amanyo gayo.

15Amagamba (gayo) agamanyi ge malala (gayo),
Nga gasibaganye ngakabonero bwekanyuweza.
16Erimu lyegata neryokubiri bwerityo
Nokuinza empewo nezitainza kuita wakati wago.
17Gegase goka na goka;
Gakwatagana negatainzika kwawulibwa.
18Okwasimula kwayo kumyansamu omusana,
Namaso gayo gafanana ebikowe ebyenkya.
19Mu kamwa kayo muva emimuli egyaka,
Nensasi ezomuliro zibuka okuvamu.
20Mu nyindo zayo muva omuka,
Ngogwentamu etokota nogwebitogo (ebigya).
21Omuka gwayo gwasa amanda,
Era omuliro guva mu kamwa kayo.
22Mu nsingo yayo mubera amanyi,
Nentisa ezinira mu maso gayo.
23Emiwula gyenyama yayo gyegase:
Ginyuwerera kuyo: tegiinza kusagasagana.
24Omutima gwayo guguma ngejinja;
Wewawo, guguma ngolubengo.
25Bweimuka abamanyi batya:
Olwokwekanga nga baliko edalu.
26Bwebagisimbako ekitala, tekiriko kyekiinza kukola;
Newakubade efumu newakubade omuwunda newakubade akasale akasongovu.
27Ebyuma ebiita ebisasiro,
Nebikomo miti mivundu.
28Akasale tekainza kugidusa:
Amainja agavumulibwa gafuka ebiti eri yo.
29Endo'do ziitibwa ngebiti:
Esekerera okuwulukuka kwakasale.
30Ebitundu byayo ebya wansi biri (nganga) engye eziriko obwogi:
Eteka (ekiri) ngegali ewula ku bitosi.
31Etokosa enyanja ngentamu:
Efananya enyanja amafuta.
32Emasisamasisa ekubo enyuma wayo;

Obuziba wandibulowozeza okuba nenvi.
Tewali ekigyenkana kunsi, 33
Ekolebwa obutabamu kutya.
Etunulira buli kintu ekigulumivu: 34
Ye kabaka wabana bona abamalala.

42

Awo Yobu namudamu Mukama nayogera nti 1
Manyi nga gwoinza byona, 2
Era nga tewali kigambo kyewatesa ekiziizika.
Ani ono akisa okutesa awatali kumanya? 3
Kyenavude njatula ebyo byesategede,
Ebigambo ebyekitalo ebyanemye byesamanyi.
Nkwegairide, wulira, nange kanjogere; 4
Nakubuza, nawe onziremu.
Nali nkuwulideko nokuwulira kwokutu; 5
Naye kakano eriso lyange likulaba,
Kyenvude netamwa nenenenya 6
Mu nfufu nevu.

Awo olwatuka Mukama bweyamala okumugamba Yobu ebigambo ebyo, Mukama nagamba Erifazi Omutemani nti Obusungu bwange bukwakide gwe ne bano bombi: kubanga temunjogedeko ekigambo ekirina ensonga, ngomudu wange Yobu bwayogede. Kale no mwetwalire ente enume 8
musanvu nendiga enume musanvu, mugende eri omudu wange Yobu, mwewereyo ekiwebwayo ekyokebwa; era omudu wange Yobu anabasabira; kubanga oyo gwenakiriza neme okubakola ngobusirusiru bwamwe bwebuli; kubanga temunjogedeko kigambo ekirina ensonga ngomudu wange Yobu bwayogede. Awo Erifazi Omutemani ne 9
Biridada Omusuki ne Zofala Omunaamasi nebagenda nebakola nga Mukama bwabalagide: awo Mukama nakiriza Yobu. Awo Mukama nakyusa 10

obusibe bwa Yobu, bweyasabira mikwanogye:
Mukama nawa Yobu okusinga emirundi ebiri ebyo
11 byeyalina oluberyeberye. Awo bagandabe bona
nebaja gyali ne banyinaze bona nabo bona beyama-
nyagana nabo oluberyeberye, nebalira emere wamu
naye mu nyumbaye: nebamukabira nebamukuba-
giza olwobubi bwona Mukama bweyamuletako:
era buli muntu namuwa ekitundu ekya feza, na
12 buli muntu empeta eya zabu. Awo Mukama
nawa omukisa enkomerero eya Yobu eyoluva-
nyuma okukira oluberyeberyerwe: naba nendiga
kakumi mwenkumi nya nengamira kakaga nemi-
13 gogo gyente lukumi nendogoi enkazi lukumi. Era
yalina abana abobulenzi musanvu nabobuwala
14 basatu. Nowoluberyeberye namutuma erinya
Yemima; nowokubiri erinyalye Keziya; nowo-
15 kusatu erinyalye Kerenikapuka. Awo munsi yona
newatalabika abakazi abalungi okwekana abawala
ba Yobu: kitabwe nabawa obusika mu baganda
16 babwe. Awo oluvanyuma lwebyo Yobu nawa-
ngala emyaka kikumi mwana, nalaba batabanibe
17 nabana ba batabanibe, emirembe ena. Awo Yobu
nafa nga mukade ngawezeza enaku nyingi.

ZABULI.

1

Alina omukisa omuntu atatambula mu kutesa kwababi, 1
Newakubade okuimirira mu kubo lyabo abalina ebibi,
Newakubade okutula ku ntebe yabanyoma.
Naye amateka ga Mukama ge gamusanyusa ; 2
Era mu matekage mwalowoza emisana nekiro.
Naye alifanana ngomuti ogwasimbibwa okumpi nensulo ezama'zi, 3
Ogubala emere yagwo mu ntuko zayo,
Era amalagala gagwo tegawotoka ;
Na buli kyakola, akiwerwako omukisa.
Ababi si bwebatyo ; 4
Naye bali ngebisusunku, empewo byezifumula.
Ababi kyebaliva balema okuimirira mu musango, 5
Newakubade abalina ebibi mu kung'aniro lyabatukirivu.
Kubanga Mukama amanyi ekubo lyabatukirivu : 6
Naye ekubo lyababi liribula.

2

Kiki ekibagugumusi'za abamawanga, 1
Nabantu kiki ekibalowozese'za ekitalimu ?
Bakabaka abensi betesetese, 2
Nabafuga batese'za ebigambo wamu,
Ku Mukama ne ku Masiyawe, (nga bogera nti)

3 Katumenyemenye enjegere zabwe,
Tusule wala emigwa gyabwe.
4 Atula mu gulu aliseka,
Mukama alibadulira.
5 Mu biro biri alibagamba mu busungubwe,
Alibateganya mu kiruwikye ekingi:
6 Naye nateka kabaka wange
Ku lusozi lwange olutukuvu Sayuni.
7 Ekiragiro ndikibulira:
Mukama yang'amba nti Gwoli mwana wange;
Lero nkuzade.
8 Onsabe nze, nange ndikuwa amawanga okubera obusikabwo,
Nensonda ezensi okubera amatwalego.
9 Olibimenya nomugo ogwekyuma;
Olibyasayasa ngentamu eyomubumbi.
10 Kale kakano mubere namagezi, mwe bakabaka:
Muige, mwe abasala omusango gwensi.
11 Muwereze Mukama nokutya,
Era musanyuke nokukankana.
12 Munywegere omwana, aleme okusunguwala, namwe nemubula mu kubo,
Kubanga obusungubwe bulyaka mangu.
Balina omukisa bona abamweyuna ye.

3

Zabuli ya Daudi bweyaduka Abasalomu mutabaniwe.

1 Mukama, abalabe bange nga beyongede!
Abagolokoka okunumba bangi.
2 Bangi abogera ku meme yange,
Nti Talina kuberwa mu Katonda. [Sera
3 Naye gwe, Mukama, oli ngabo enkuma;
Ekitibwa kyange, era aimiriza omutwe gwange.
4 Nedobozi lyange mukowola Mukama,
Naye anziramu okuvu ku lusozirwe olutukuvu.
[Sera

Nagalamira nenebaka ; 5
Nenzukuka ; kubanga Mukama yankuma.
Siritya bukumi bwabantu, 6
Abanetolola okunumba.
Golokoka, ai Mukama : ondokole, ai Katonda 7
wange :
Kubanga wakuba abalabe bange bona ku tama ;
Wamenya amanyo gababi.
Obulokozi buli eri Mukama : 8
Omukisagwo gubere ku bantubo. [Sera

4

Ya mukulu wabaimbi ; ya bintu ebyengoye. Zabuli ya Daudi

Onziremu bwenkukabira, ai Katonda owobutu- 1
kirivu bwange ;
Wansumulula (bwenali) mu naku :
Onsasire, ompulire okusaba kwange.
Mwe abana babantu, mulitusa wa okukyusa ekiti- 2
bwa kyange mu nsonyi ?
(Mulitusa wa) okwagala ebitalimu, nokugoberera
ebyobulimba ? [Sera
Naye mutegere nga Mukama yeterekede atya Ka- 3
tonda :
Mukama aliwulira bwenamukowolanga.
Muimirire nga mutya, muleme okwonona : 4
Mulowoze mu mutima gwamwe ku kitanda kya-
mwe, musirikirire. [Sera
Muweyo esadaka ezobutukirivu, 5
Era mwesige Mukama.
Waliwo bangi abogera nti Ani alitulaga ekintu 6
ekirungi ?
Mukama, gwe oimuse omusana ogwamasogo kufe.
Otade esanyu mu mutima gwange, 7
Okusinga eryomukyengera kyemere nomwenge
gwabwe.
Mu butatya ndigalamira nenebaka : 8
Kubanga gwe weka, Mukama, ontuza mu mirembe.

5

Ya mukulu wabaimbi ; ya bintu ebifufibwa. Zabuli ya Daudi.

1 WULIRA ebigambo byange, ai Mukama,
Oseyo omwoyo eri ebirowozo byange.
2 Wulira edobozi lyokukaba kwange, Kabaka wange, era Katonda wange :
Kubanga nkusaba gwe.
3 Ai Mukama, (buli) nkya onowuliranga edobozi lyange ;
(Buli) nkya nalongosanga okusaba kwange gyoli, nentunula.
4 Kubanga toli Katonda asanyusibwa obubi :
Ebitasana tebiritula gyoli.
5 Abenyumiriza tebaliimirira mu masogo :
Okyawa bona abakola ebitali bitukirivu.
6 Olibazikiriza abogera ebyobulimba :
Mukama akyawa omuntu ata nalimbalimba.
7 Naye kulwange mu bungi bwekisakyo ndiingira mu nyumbayo :
Mu kukutya ndisinza nga ntunulira yekaluyo entukuvu.
8 Ontwale, ai Mukama, mu butukirivubwo olwabalabe bange ;
Ongololere ekubolyo mu maso gange.
9 Kubanga tewali bwesigwa mu mimwa gyabwe :
Omwoyo gwabwe bubi busa :
Omumiro gwabwe ye ntana eyasamiride ;
Begonza nolulimi lwabwe.
10 Obaseko omusango, ai Katonda ;
Bagwe olwokutesa kwabwe bo ;
Obasindike mu kwonona kwabwe okungi ;
Kubanga bakujemede gwe.
11 Naye bona abesiga gwe basanyuke,
Bayogane mu sanyu bulijo, kubanga gwobakuma:
Era abagala erinyalyo basanyuke mugwe.
12 Kubanga olimuwa omutukirivu omukisa ;
Ai Mukama, olimwetoloza ekisa ngengabo.

6

Ya mukulu wabaimbi ; ya bintu ebyengoye, ebyekiseminisi.
Zabuli ya Daudi.

Ai Mukama, tonenya mu busungubwo, 1
So tombulirira mu kiruwikyo ekyaka.
Onsasire, ai Mukama ; kubanga mpotokede dala : 2
Ai Mukama, omponye ; kubanga amagumba gange geralikiride.
Era nememe yange yeralikiride nyo : 3
Nawe, ai Mukama, olitusa wa ?
Komawo, ai Mukama, ondokole ememe yange : 4
Omponye olwekisakyo.
Kubanga siwali akujukira mu kufa : 5
Ani alikwebaza mu magombe ?
Okusinda kwange kunkoye'za ; 6
Buli kiro nkulukusa ekiriri kyange ;
Ekitanda kyange nkitobya namaziga.
Eriso lyange likulukuse olwokunakuwala ; 7
Likadiye olwabalabe bange bona.
Muvewo wendi, mwena abakola ebitali bitukirivu ; 8
Kubanga Mukama awulide edobozi lyokukaba kwange.
Mukama awulide okwegairira kwange ; 9
Mukama alikiriza okusaba kwange.
Abalabe bange bona baliswazibwa, balyeralikirira nyo : 10
Balida enyuma, baliswazibwa mangu.

7

Sigayoni ya Daudi, gyeyaimbira Mukama, olwebigambo bya Kusi Omubenyamini.

Ai Mukama, Katonda wange, nesiga gwe : 1
Ondokole eri abo bona abangoba, omponye :
Aleme okutagula ememe yange ngempologoma, 2
Okugitagulatagula, nga tewali anamponya.

3 Ai Mukama, Katonda wange, obanga nakola bwentyo;
Obanga obutali butukirivu buli mu mikono gyange;
4 Obanga namuwalana obubi eyali nemirembe gyendi;
[Neda, naye namuwonya eyali omulabe wange obwerere:]
5 Ankyawa aiganye ememe yange, agitukeko:
Aninyirire obulamu bwange wansi mu taka,
Ase ekitibwa kyange mu nfufu. [Sela
6 Golokoka, ai Mukama, mu busungubwo,
Wesimbe ku bukambwe obwabalabe bange:
Era onzukukire; walagira omusango.
7 Era ekung'aniro eryamawanga likwetolole:
Okomewo wagulu okubafuga.
8 Mukama awereza omusango amawanga:
Osale omusango gwange, ai Mukama, olwobutukirivu bwange namazima gange agali munze.
9 Singa obubi obwababi buwedewo, naye abatukirivu gwobanyuweze:
Kubanga Katonda owobutukirivu agezako emitima nememe.
10 Engabo yange eri ne Katonda,
Alokola abalina omutima ogwamazima.
11 Katonda ye musazi wemisango omutukirivu,
Era ye Katonda alina obusungu buli lunaku.
12 Omuntu bwatakyuka, aliwagala ekitalakye;
Aleze omutegogwe, agutesetese.
13 Era amutekedetekede ebintu ebita;
Emisalegye agitekako omuliro.
14 Laba, alina olubuto olwobubi;
Wewawo, egwakolye lye tĩma, era azade obulimba.
15 Yakola ekinya, yakisima,
Era agude mu lusalosalo lweyakola.
16 Etimalye liridira ku mutwegwe ye,
Nekyejokye kirituka ku bwezingebwe.
17 Ndimwebaza Mukama olwobutukirivubwe:

Ndiimba okutendereza erinya lya Mukama ali wagulu enyo.

8

Ya mukulu wabaimbi; Eyekigasi. Zabuli ya Daudi.

Ai Mukama, Mukama wafe, 1
Erinyalyo nga dungi nyo munsi zona!
Gweyateka ekitibwakyo ku gulu.
Mu kamwa kabawere nabayonka wanyuweza 2
amanyi,
Olwabalabebo,
Olyoke osirise omulabe noyo awalana egwanga.
Bwendowoza egululyo, omulimu gwengalozo, 3
Omwezi nemunyenye, byewalagira;
Omuntu kye kiki, gwe okumujukira, 4
Oba omwana womuntu, gwe okumujira?
Kubanga wamukola okubulako akatono okuba 5
nga Katonda,
Era omusako engule eyekitibwa netendo.
Wamufuza emirimu egyemikonogyo; 6
Wateka ebintu byona wansi webigerebye:
Endiga zona nente, 7
Era nensolo ezomunsiko;
Enyonyi eza wagulu, nebyenyanja ebiri mu nyanja, 8
Buli kintu ekiita mu makubo agenyanja.
Ai Mukama, Mukama wafe, 9
Erinyalyo nga dungi nyo munsi zona!

9

Ya mukulu wabaimbi; Eyekimustrabeni. Zabuli ya Daudi.

Ndimwebaza Mukama nomutima gwange gwona; 1
Ndyolesa ebikolwabyo ebyekitalo byona.
Ndisanyuka, ndijaguza mugwe: 2
Ndiimba okutendereza erinyalyo, gwali wagulu enyo.
Abalabe bange bwebada enyuma, 3

Besitala nebazikirira mu masogo.
4 Kubanga gwe wabera ensonga yange nebigambo byange;
Watula ku ntebe, ngosala omusango ogwensonga.
5 Wabogolera amawanga, wazikiriza ababi,
Wasangula erinya lyabwe emirembe nemirembe.
6 Abalabe bawedewo, bavibwamu emirembe egitagwawo;
Nebibuga byewamenya,
Era nekijukiro kyabyo kizikiride.
7 Naye Mukama atula (kabaka) emirembe egitagwawo:
Atesetese entebeye okusala omusango.
8 Naye alisala omusango ogwensi zona mu butukirivu,
Alibawa omusango amawanga mu mazima.
9 Era Mukama alibera kigo ekiwanvu eri abaiganyizibwa,
Ekigo ekiwanvu mu biro ebyenaku;
10 Nabo abamanyi erinyalyo balyesiga gwe;
Kubanga gwe, Mukama, tonabaleka abakunonya.
11 Muimbe okutendereza Mukama, atula mu Sayuni:
Mubulire ebikolwabye mu bantu.
12 Kubanga oyo avunana omusai abajukira:
Teyerabira kukaba kwabavu.
13 Onsasire, ai Mukama;
Laba okubonabona kwange (kwebankola) abankyaye,
Gwe anyimusa ku miryango egyolumbe;
14 Ndyoke njolese etendolyo lyona:
Mu miryango egyomuwala wa Sayuni
Ndisanyukira obulokozibwo.
15 Amawanga gagude mu bunya bwebasima:
Mu kyambika kyebatega kikwatibwa ekigere kyabwe bo.
16 Mukama yetegeze'za, atukiri'za omusango:
Omubi akwatibwa mu mirimu gyemikonogye.

[Kigayoni. Sela

Ababi balida mu magombe, 17
Ge mawanga gona agamwerabira Katonda.
Kubanga abavu tebalyerabirwa enaku zona, 18
So esubi eryabawombefu teriribula emirembe gyona.
Golokoka, ai Mukama; abantu baleme okuwa- 19
ngula:
Amawanga gasalirwe omusango mu masogo.
Obatise, ai Mukama: 20
Amawanga getegere nga bantu buntu. [Sera

10

Kiki ekikuimirizi'za ewala, ai Mukama? 1
Kiki ekikwekwese'za mu biro ebyenaku?
Mu malala agomubi omwavu aiganyizibwa nyo; 2
Bakwatibwe munkwe zebatesa.
Kubanga omubi yenyumiriza olwokwegomba 3
kwomutimagwe,
Nomukodo yegana, era anyoma Mukama.
Omubi mu malala agamasoge (ayogera) nti Tali- 4
vunana.
Ebirowozobye byona nti Tewali Katonda.
Amakuboge makakanyavu enaku zona; 5
Emisangogyo giri wagulu nyo gyatainza kugiraba:
Abalabebe bona abasoza.
Avogera mu mutimagwe nti Sirisagasagana: 6
Okutusa emirembe gyona siriraba naku.
Akamwake kajude okukolima nokulimba noku- 7
joga:
Wansi wolulimirwe waliwo etima nobutali butukirivu:
Atula mu mategero agebyalo: 8
Mu makwekero abata abatalina misango:
Amasoge agatunuliza ku munafu mu kyama.
Yekweka mu tegero ngempologoma mu mpuku 9
yayo:

Yekisa okukwata omwavu:
Akwatira dala omwavu, ngamuwalulira mu kyambikakye.
10 Akutama, akotakota,
(Abasajabe) abamanyi nebasula abanafu.
11 Ayogera mu mutimagwe nti Katonda yerabide:
Akweka amasoge; tagenda kukiraba.
12 Golokoka, ai Mukama; ai Katonda, oimuse omukonogwo:
Tewerabira mwavu.
13 Lwaki omubi okunyoma Katonda,
Nokwogera mu mutimagwe nti Tolivunana?
14 Walaba; kubanga otunulira etima nobukyawi, okusako omukonogwo:
Omunafu yewayo gyoli;
Wabanga omubezi wabo abataliko kitabwe.
15 Menya omukono gwomubi;
Omuntu omubi ononyeze dala obubibwe okutusa obutabusangamu.
16 Mukama ye kabaka emirembe nemirembe:
Amawanga gazikiride mu nsiye.
17 Mukama, wawulira abawombefu kyebayagala:
Olitekateka omutima gwabwe, oliwuliza okutukwo:
18 Okubasalira omusango abataliko kitabwe nabajogebwa.
Omuntu, ye womunsi, aleke okubera nentisa.

11

Ya mukulu wabaimbi. (Zabuli) ya Daudi.

1 MUKAMA gwenesiga:
Mugamba mutya ememe yange nti
Dukira ku lusozi lwamwe ngenyonyi?
2 Kubanga, laba, ababi batega omutego,
Batekateka akasale ku lugoye,
Babalasize mu nzikiza abalina omutima ogwamazima.

Obanga emisingi girizikirizibwa, 3
Kiki omutukirivu kyainza okukola?
Mukama ali mu yekaluye entukuvu, 4
Mukama, entebeye eri mu gulu;
Amasoge galaba abana babantu, ebikowebye bibakema.
Mukama akema abatukirivu: 5
Naye omubi noyo ayagala ebyamanyi ememeye ebakyawa.
Ku babi alitonyesa ebyambika; 6
Omuliro nekiberiti nempewo ezokya biribera omugabo ogwendeku yabwe.
Kubanga Mukama mutukirivu; ayagala ebyobutukirivu: 7
Abalina omwoyo ogwamazima baliraba amasoge.

12

Ya mukulu wabaimbi; eyekisĕminisi. Zabuli ya Daudi.

Bera, Mukama; kubanga atya Katonda agwawo; 1
Kubanga abakiriza bakendera mu bana babantu.
Bogera ebitalimu buli muntu ne mune: 2
Bogera nemimwa eginyumiriza nemitima ebiri.
Mukama alimalawo emimwa gyona eginyumiriza, 3
Nolulimi olwogera ebikulu:
Abogede nti Nolulimi lwafe tuliwangula; 4
Emimwa gyafe gye gyafe: atufuga yani?
Olwokunyagibwa kwabavu, olwokusinda kwabanafu, 5
Kakano nagolokoka, Mukama bwayogera;
Namuteka mu mirembe gwebasoza.
Ebigambo bya Mukama bye bigambo ebirongofu; 6
Nga feza egezebwa mu kyoto kunsi,
Erongosebwa emirundi omusanvu.
Olibakuma, ai Mukama, 7
Olibawonya mu mirembe gino enaku zona.
Ababi batambula ku njuwi zona, 8

Obugwagwa bwebugulumizibwanga mu bana babantu.

13

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

1 Olitusa wa, ai Mukama, okunerabira emirembe gyona?
Olitusa wa okunkisa amasogo?
2 Nditusa wa okutesa mu meme yange,
Nga ndaba enaku mu mutima gwange obude okuziba?
Alitusa wa omulabe wange okugulumizibwa kunze?
3 Lowoza onziremu, ai Mukama Katonda wange:
Yakira amaso gange, neme okwebaka okufa;
4 Omulabe wange aleme okwogera nti 'Muwangude:
Abankyawa baleme okunjaguza nga nsagasagana.
5 Naye nesize okusasirakwo;
Omutima gwange gunasanyukira obulokozibwo:
6 Naimbira Mukama,
Kubanga ankolede obulungi obungi.

14

Ya mukulu wabaimbi. (Zabuli) ya Daudi.

1 Omusirusiru ayogede mu mutimagwe nti Siwali Katonda.
Bavunze, bakoze ebikolwa ebyobugwagwa;
Siwali akola obulungi.
2 Mukama yabatunulira pgaima mu gulu abana babantu,
Okulaba nga waliwo abategera,
Abanonya Katonda.
3 Bona bakyamye; bononese empitambi wamu;
Siwali akola obulungi, newakubade nomu.
4 Bona abakola obutali butukirivu tebalina magezi!

Abalya abantu bange nga bwebalya emere,
So tebakowola Mukama.
Eri bālina obuti bungi :
Kubanga Katonda ali mu mirembe gyabatukirivu.
Mukwasa ensonyi okutesa kwomwavu,
Kubanga Mukama kye kidukirokye.
Singa obulokozi bwa Isiraeri buvude mu Sayuni !
Mukama bwali'zayo obusibe obwabantube,
Yakobo nalyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

15

Zabuli ya Daudi.

Mukama, alitula mu wemayo yani ?
Alibera ku lusozirwo olutukuvu yani ?
Oyo atambulira mu bugolokofu, era akola obutukirivu,
Era ayogera ebyamazima mu mutimagwe.
Atawairiza nolulimirwe,
So mukwanogwe tamukola bubi,
So takiriza kibi ku muliranwawe.
Amasoge ganyoma omubi ;
Naye abatya Mukama abasamu ekitibwa.
Bwalaira nebwafirwa, takyuka.
Atawolera bintubye amagoba,
So tawebwa mpera ku atalina musango.
Oyo akola ebyo talisagasagana emirembe gyona.

16

Mikitamu ya Daudi.

Onkume, ai Katonda : kubanga nkwesiga gwe.
Mugambye Mukama nti Gwoli Mukama wange :
Sirina bulungi bwona awatali gwe.
Abatukuvu abali munsi,

Abo be basinga obulungi, bensanyukira esanyu lyange lyona.
4 Okunakuwala kwabwe kulyongerwako abo abawanyisa (Mukama) olwa (katonda) omulala:
Esadaka zabwe ezokunywa ezomusai siriziwayo.
So siritwala manya gabwe mu mimwa gyange.
5 Mukama gwe mugabo ogwobusika bwange nogwendeku yange:
Gwokuma ebyange.
6 Emigwa gingudeko mu bifo ebirungi;
Mazima nina obusika obulungi.
7 Ndimwebaza Mukama, antesere'za ebigambo:
Mazima, ememe yange enjigiriza mu bisera ebyekiro.
8 Mukama mutade mu maso gange bulijo.
Kubanga yali ku mukono gwange ogwadyo, sirisagasagana.
9 Omutima gwange kyeguva gusanyuka nekitibwa kyange kijaguza:
Era nomubiri gwange gulibera mu mirembe.
10 Kubanga tolireka meme yange mu magombe;
So toliganya Omutukuvuwo okulaba okuvunda.
11 Olindaga ekubo eryobulamu:
Egyoli waliwo esanyu eritukirira;
Mu mukonogwo ogwadyo mwe muli ebisanyusa emirembe nemirembe.

17

Okusaba kwa Daudi.

1 WULIRA ensonga eyobutukirivu, ai Mukama, lowoza okukaba kwange;
Tega okutu (owulire) okusaba kwange, okutava mu mimwa egyobukusa.
2 Omusango gwange guve woli;
Amasogo gatunulire obutukirivu.
3 Wagezako omutima gwange; waja gyendi ekiro;

Wankema, notolaba kigambo;
Maliride akamwa kange obutayonona.
Mu bikolwa byabantu, olwekigambo ekyemimwa- 4
gyo
Nekumanga mu makubo agabantu abalina ekyejo.
Olugendo lwange lwanyuwera mu makubogo, 5
Ebigere byange tebisereranga.
Nkukowode, kubanga gwononziramu, ai Katonda: 6
Ontegere okutukwo, ompulire byenjogera.
Laga ekisakyo ekyekitalo, gwabalokola abakwe- 7
siga,
Mwabo ababagolokokera, nomukonogwo ogwadyo.
Onkume ngemunyi eyeriso, 8
Onkise mu kisikirize ekyebiwawatirobyo,
Mu babi aba'nyaga, 9
Mu balabe bange abagala okunzita, abanzingiza.
Babikidwa amasavu gabwe: 10
Nakamwa kabwe bogera ebyamalala.
Kakano batuzingizi'za mu bigere byafe: 11
Bakaliriza amaso gabwe okutusula wansi.
Afanana ngempologoma eyayanira omuigo gwayo, 12
Era ngomwana wempologoma ogwekisa wegute-
gera.
Golokoka, ai Mukama, 13
Omuimirire mu maso, omumege wansi:
Omponye ememe yange eri omubi nekitalakyo;
Eri abantu nomukonogwo, ai Mukama, 14
Eri abantu abensi, abalina omugabo gwabwe mu
bulamu (buno),
Nolubuto lwabwe olujuza obugagabwo:
Banyiye abana,
Nebintu byabwe ebisigalawo babirekera abana
babwe.
Nze amasogo ndigalaba mu butukirivu: 15
Ndinyiwa bwendizukuka nekifananyikyo.

18

Ya mukulu wabaimbi. (Zabuli) ya Daudi omudu wa Mukama, eyagamba Mukama ebigambo ebyoluimba luno ku lunaku Mukama lweyamuwonyezako mu mukono gwabalabebe bona, se mu mukono gwa Saulo: nayogera nti

1 Nkwagala gwe, ai Mukama, amanyi gange.
2 Mukama lwe lwazi lwange, era kye kigo kyange, era yandokola;
Katonda wange, olwazi lwange olunyuwevu, oyo gweng'enda okwesiga;
Engabo yange, nejembe eryobulokozi bwange, ekigo kyange ekigulumivu.
3 Ndikowola Mukama, asanira okutenderezebwa:
Bwendirokoka bwentyo mu balabe bange.
4 Emigwa egyokufa gyansiba,
Nebitaba ebyobutatya Katonda byantisa.
5 Emigwa egyemagombe gyanetolola:
Emitego egyolumbe gyankwasa.
6 Mu naku zange nemukowola Mukama,
Nempita Katonda wange:
Nawulira edobozi lyange mu yekaluye,
Nebyenakaba mu masoge nebituka mu matuge.
7 Ensi neryoka ekankana nesagasagana,
Era nemisingi gyensozi negikankana neginyenyezebwa, kubanga asunguwade.
8 Omuka negunyoka mu nyindoze,
Nomuliro neguva mu kamwake negulya:
Negukoleza amanda.
9 Era negulu nalikotamya, naka;
Nekizikiza ekinene nekiba wansi webigerebye.
10 Neyebagala kerubi nabuka:
Era nabuka mangu ku biwawatiro ebyempewo.
11 Ekizikiza nakifula ekyokwekwekamu, ewemaye emwetolode;
Ekizikiza ekyama'zi, ebire ebikue ebyomugulu.
12 Mu kumasamasa (okuli) mu matsoge ebirebye ebikute nebiita,

(Newaba) amainja agomuzira namanda agomuliro.
Era Mukama nabwatuka mu gulu, 13
Noyo ali wagulu enyo naleta edobozirye ;
(Newaba) amainja agomuzira namanda agomuliro.
Nalasa obusalebwe nabasasanya ; 14
Nalasa enjota nyingi naberalikiriza.
Ensalosalo ezama'zi neziryoka zirabika, 15
Emisingi gyensi negyeruka,
Mu kunenyakwo, ai Mukama,
Mu kibuyaga owomuka ogwenyindozo.
Yatuma okuva wagulu, nantwala ; 16
Nampalula mu ma'zi amangi.
Yamponya ku mulabe wange owamanyi, 17
Ne kwabo abankyawa, kubanga bansinza amanyi nze.
Banjijira ku lunaku olwakabi kange : 18
Naye Mukama ye yanyuweza.
Era nanfulumya mu kifo ekigazi ; 19
Yamponya, kubanga yansanyukira.
Mukama yampa empera ngobutukirivu bwange 20
bwebwali ;
Ngemikono gyange bwegiri emirungi, bwansasude.
Kubanga nakwata amakubo ga Mukama, 21
Nesireka Ketonda wange nobubi.
Kubanga emisangogye gyona gyali mu maso gange, 22
So amatekage sagagyawo gyendi.
Era nali eyatukirira gyali, 23
Nenekuma mu bubi bwange.
Mukama kyavude ansasula, ngobutukirivu bwa- 24
nge bwebuli,
Emikono gyange nga bwegiri emirungi mu masoge.
Eri owekisa oneraga owekisa ; 25
Eri eyatukirira oneraga eyatukirira ;
Eri omulongofu oneraga omulongofu ; 26
Neri omukakanyavu oneraga aziiza.
Kubanga olirokola abantu abajogebwa ; 27
Naye amaso agamalala oligatowaza.

28 Kubanga gwolikoleza etabaza yange.
Mukama Katonda wange alimulisa (mu) kizikiza kyange.
29 Kubanga mu (kub rakwo) nenumba ekibina ;
Era mu (kubera kwa) Katonda wange mbuka ekigo.
30 Katonda, ekubolye lyatukirira :
Ekigambo kya Mukama kyaketebwa ;
Oyo ye ngabo yabo bona abamwesiga.
31 Kubanga ani Katonda, wabula Mukama ?
Era ani olwazi, wabula Katonda wafe ?
32 Katonda ansibya amanyi,
Era atukiriza ekubo lyange.
33 Afula ebigere byange ngebyempeyo :
Era angulumiza mu bifo byange ebya wagulu.
34 Anjigiriza engalo zange okulwana ;
Emikono gyange negirega omutego ogwekikomo.
35 Era ompade engabo eyobulokozibwo :
Nomukonogwo ogwadyo gumpaniride,
Nobuwombefubwo bungulumizi'za.
36 Ongaziiri'za (ekubo) eryebigere byange,
Nebisinziro byange tebisereranga.
37 Ndigoberera abalabe bange, nembatukako :
So sirikomawo nga tebanazikirizibwa.
38 Ndibafumitira dala nebatainza kuimuka :
Baligwa wansi webigere byange.
39 Kubanga onsibye amanyi agokulwana :
Obafukami'za mu maso gange abānyimukirako.
40 Era abalabe bange obakyusi'za amabega gabwe gyendi,
Ndyoke mbazikirize abankyawa.
41 Bākowola, naye tewali mulokozi :
(Bakowola) Mukama, naye natabadamu.
42 Nendyoka mbasekulasekula ngenfufu etwalibwa empewo :
Nembasula ngebitosi ebyomungudo.
43 Omponye'za mu kuyomba kwabantu ;
Onfude omutwe gwamawanga ;

Abantu besamanyanga balimpereza.
Bwebaliwulira ebigambo byange, nebalyoka ba- 44
ng'ondera :
Abanagwanga balinjemulukukira.
Abanagwanga baligwawo, 45
Baliva mu bifo byafe ebyokwekwekamu nga baka-
nkana.
Mukama mulamu ; olwazi lwange atenderezebwe; 46
Era agulumizibwe Katonda owobulokozi bwange:
Ye Katonda ampalanira egwanga, 47
Era awangula amawanga ngafuge.
Amponya eri abalabe bange : 48
Wewawo, ongulumiza kwabo abanyimukirako :
Ondokola eri omuntu owekyejo.
Kyendiva nkwebaza gwe, ai Mukama, mu ma- 49
wanga,
Ndiimba okutendereza erinyalyo.
Obulokozi bukulu bwawa kabakawe ; 50
Era amukolera ebyekisa oyo gweyasiga amafuta,
Daudi nezaderye, emirembe nemirembe.

19

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

EGULU lyogera ekitibwa kya Katonda ; 1
Nebanga libulira emirimu gyemikonogye.
Omusana gugamba ebigambo omusana, 2
Nekiro kiraga amagezi ekiro.
Siwali bigambo newakubade olulimi ; 3
Edobozi lyabyo teriwulikika.
Okuigiriza kwabyo kubunye munsi zona, 4
Nebigambo byabyo okutuka ku nkomerero yensi.
Abitekedemu enjuba ewema,
Eri ngawasa omugole ngava mu njuye, 5
Era esanyuka ngowamanyi okuita mu lugendo
lwayo.
Evayo ku nkomerero yegulu, 6

Neyetolola okutuka ku nkomerero yalyo :
So siwali kintu ekikwekebwa mu kwokya kwayo.
7 Eteka lya Mukama lyatukirira, erikomyawo ememe :
Okutegeza kwa Mukama kunyuwevu, okubawa abasirusiru amagezi.
8 Okuigiriza kwa Mukama kwa butukirivu, okusanyusa omutima :
Ekiragiro kya Mukama kirongofu, ekyakira amaso.
9 Entisa ya Mukama nungi, ya luberera emirembe gyona :
Emisango gya Mukama gya mazima, gya butukirivu dala.
10 Bisanira okubiyayanira okusinga ezabu, era nezabu enyingi enungi :
Biwomerera okusinga omubisi gwenjuki nebisenge byagwo.
11 Era ebyo bye birabula omuduwo :
Mu kubyekuma mulimu empera enene.
12 Ani ainza okukebera ebyononobye ?
Onongose mu (bibi) ebikisibwa.
13 Era ne mu byamalala omuziize omuduwo ;
Bireme okumpangula : bwentyo bwendiba eyatukirira,
So omusango ogwokwonona okunene tegulinsinga.
14 Ebigambo ebyomukamwa kange nokulowoza okwomumutima gwange bisimibwe mu masogo,
Ai Mukama, olwazi lwange, era omununuzi wange.

20.

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

1 Mukama akudemu ku lunaku olwokunakuwala ;
Erinya lya Katonda wa Yakobo likugulumize wagulu ;
2 Akuwereze okuberwa mu kifo ekitukuvu,

Akuwe amanyi agava mu Sayuni ;
Ajukire byewawayo byona, 3
Akirize esadakayo enjokye ; [Sera
Akuwe omutimagwo kyegwagala, 4
Atukirize okutesakwo kwona.
Tuliwangula mu bulokozibwo, 5
Ne mu linya lya Katonda wafe tuliwanika ebendera zafe :
Mukama atukirize ebyosaba byona.
Kakano manyi nga Mukama amulokola oyo gweyasiga amafuta ; 6
Alimudamu ngaima mu gululye etukuvu
Nobulokozi obuwonya obwomukonogwe ogwadyo.
Abalala (besiga) amagali, nabalala (besiga) embalasi : 7
Naye fe tulyogera erinya lya Mukama Katonda wafe.
Bakutamye bo nebagwa : 8
Naye fe tugolokose, netuimirira.
Lokola, Mukama : 9
Kabaka atudemu bwetukowola.

21

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

KABAKA alisanyukira amanyigo, ai Mukama ; 1
Nobulokozibwo ngalibujaguliza nyo !
Omuwade omutimagwe kyegwagala, 2
So tomumye emimwagye kyegisabye. [Sera
Kubanga omusisinkanye nebyomukisa ebyobulungi : 3
Omutekako ku mutwegwe engule eyezabu enungi.
Yakusaba obulamu, nobumuwa ; 4
Era nenaku enyingi ezemirembe nemirembe.
Ekitibwakye kingi mu bulokozibwo : 5
Ekitibwa nobukulu obimusako.

6 Kubanga omutekawo okuba omukisa omungi emirembe gyona :
Omusanyusa esanyu mu masogo.
7 Kubanga kabaka amwesiga Mukama,
Nolwekisa kyoyo ali wagulu enyo talisagasagana.
8 Omukonogwo gulituka ku balabebo bona :
Omukonogwo ogwadyo gulituka kwabo abakukyawa.
9 Olibafananya ngekikomi ekyaka mu biro ebyobusungubwo.
Mukama alibamira mu kiruwikye,
Nomuliro gulibalya.
10 Ebibala byabwe olibizikiriza kunsi,
Nezade lyabwe mu bana babantu.
11 Kubanga bakuteseza obubi :
Bāsala olukwe, lweba'ainza kukola.
12 Kubanga oliba'za enyuma,
Olitekateka engoyezo ezomutego ku maso gabwe.
13 Ogulumizibwe, ai Mukama, mu manyigo :
Tulyoke tuimbe tutendereze obuinzabwo.

22

Ya mukulu wabaimbi ; Eyekyayeresi kasakala. Zabuli ya Daudi.

1 KATONDA wange, Katonda wange, kiki ekikundese'za ?
(Lwa ki okubera) ewala obutanzibira, (obutawulira) bigambo ebyokukaba kwange ?
2 Ai Katonda wange, nkowola emisana, nawe notodamu ;
Era nekiro, so sisirika.
3 Naye gwoli mutukuvu,
Gwatula mu matendo ga Isiraeri.
4 Bajaja bafe bakwesiga gwe :
Besiga, nawe nobawonya.
5 Bakukowola gwe, nebawonyezebwa :
Bakwesiga gwe, nebatakwasibwa nsonyi.

Naye nze ndi lusiring'anyi, so siri muntu ; 6
Abasaja gwebavuma, nabantu gwebanyoma.
Bona abandaba bansekerera nebandulira : 7
Bansoza nemimwa gyabwe, banyenya omutwe, nga bogera nti
Weweyo eri Mukama ; ye amulokole : 8
Amuwonye, kubanga amusanyukira.
Naye gwe wanziya mu lubuto lwa mange : 9
Gwe wanesiza (bwenali nga nkyali) ku mabere ga mange.
Neyuna gwe okuva mu kuzalibwa kwange : 10
Gwoli Katonda wange okuva mu lubuto lwa mange.
Tombera wala ; kubanga akabi kali kumpi ; 11
Kubanga tewali anambera.
Zisedume nyingi zinetolode : 12
Zisedume ezamanyi Ezebasani zinzingizi'za.
Banjasamide akamwa kabwe, 13
Ngempologoma etagulatagula ewuluguma.
Nfukibwa ngama'zi, 14
Namagumba gange gona gasowose.
Omutima gwange guli ngobubane ;
Gusanuse wakati mu byenda byange.
Amanyi gange gakaliride ngolugyo ; 15
Nolulimi lwange lwegata nemba zange ;
Era ondēse mu nfufu eyokufa.
Kubanga embwa zinetolode : 16
Ekibina kyabo abakola obubi bantaizi'za ;
Bampu'mude engalo zange nebigere byange.
Nyinza okubala amagumba gange gona ; 17
Bantunulira, banvulumulira amaso :
Bagabana ebyambalo byange, 18
Nebakuba akalulu ku lugoye lwange.
Naye tobera wala, ai Mukama : 19
Ai gwambera, yanguya okunzibira.
Wonya ememe yange eri ekitala ; 20
Nakaganzi kange eri amanyi gembwa.
Ondokole mu kamwa kempologoma ; 21

Era ne mu mayembe gembogo wanziramu.
22 Ndibulira erinyalyo eri baganda bange :
Wakati mu kibina ndikutendereza.
23 Mwe abatya Mukama, mumutendereze ;
Mwe mwena ezade lya Yakobo, mumugulumize ;
Mumutye, mwe mwena ezade lya Isiraeri.
24 Kubanga teyanyoma so teyakyawa naku zoyo anakuwala ;
So teyamukisa amasoge ;
Naye bweyamukowola, nawulira.
25 Mugwe mwe muva etendo lyange mu kibina ekinene :
Ndisasula obweyamo bwange mu maso gabo abamutya.
26 Abawombefu balirya nebakuta :
Balimutendereza Mukama abamunonya :
Omutima gwamwe gubere mulamu emirembe gyona.
27 Enkomerero zona ezensi zirijukira nezikyukira Mukama :
Nebika byona ebyamawanga birisinza mu masogo.
28 Kubanga obwakabaka bwa Mukama :
Naye yafuga amawanga.
29 Abamasavu bona abensi balirya nebasinza :
Nabo abaka mu nfufu balimufukamirira,
Ye atainza kuwonya memeye okufa.
Ezade lirimuwereza ;
30 Kiribulirwa ku Mukama okutusa ku miremb (egigenda okuja).
31 Balija nebabulira obutukirivubwe
Eri abantu abalizalibwa, nga yabukola.

23

Zabuli ya Daudi.

1 Mukama ye musumba wange ; siryetaga.
2 Angalamiza mu dundiro eryomudo omuto
Antwala ku mabali agama'zi amatefu.

Akomyawo ememe yange : 3
Anung'amya mu makubo agobutukirivu kulwerinyalye.
Era newakubade nga ntambula mu kiwonvu ekyekisikirize ekyolumbe, 4
Siritya kabi kona ; kubanga gwoli nange :
Olugalwo nomugogwo bye binsanyusa.
Ontekeratekera ediro mu maso gabalabe bange : 5
Onsize amafuta ku mutwe ; endeku yange eyiwa.
Obulungi nekisa tebirirema kugenda nange enaku zona ezobulamu bwange : 6
Nange nditula mu nyumba ya Mukama okutusa ku naku nyingi.

24

Zabuli ya Daudi.

Ensi ya Mukama, nokujula kwayo ; 1
Ensi zona, nabo abazitulamu.
Kubanga yagisimba ku nyanja, 2
Yaginyuweza ku ma'zi amangi.
Ani alirinya ku lusozi lwa Mukama ? 3
Era ani aliimirira mu kifokye ekitukuvu ;
Oyo alina emikono emirungi, nomutima omulongofu ; 4
Ataimusanga memeye eri ebitalimu,
So teyalairanga bwerere.
Oyo aliwebwa Mukama omukisa, 5
Era nobutukirivu (alibuwebwa) Katonda owobulokozibwe.
Egyo gye mirembe gyabo abamunonya, 6
Abanonya amasogo, ai (Katonda wa) Yakobo. [Sela
Muimuse emitwe gyamwe, mwe enzigi ; 7
Namwe muimuke, mwe bawankaki abatagwawo :
Ne Kabaka owekitibwa anaingira.
Kabaka owekitibwa yani ? 8
Mukama owamanyi owobuinza,

Mukama owobuinza mu kulwana.
9 Muimuse emitwe gyamwe, mwe enzigi ;
Kale, mugiimuse, mwe bawankaki abatagwawo :
Ne Kabaka owekitibwa anaingira.
10 Kabaka oyo owekitibwa yani ?
Mukama owegye,
Oyo ye Kabaka owekitibwa. [Sela

25

(Zabuli) ya Daudi.

1 Egyoli, ai Mukama, nyimusa ememe yange.
2 Ai Katonda wange, nakwesiganga gwe,
Tong'anya kukwatibwa nsonyi ;
Abalabe bange tobaganya kumpangula.
3 Era siwali akulindirira alikwatibwa ensonyi :
Abo balikwatibwa ensonyi abasala enkwe ezobwerere.
4 Ondage amakubogo, ai Mukama ;
Onjigirize empendazo.
5 Onung'amye mu mazimago, onjigirize ;
Kubanga gwoli Katonda owobulokozi bwange ;
Gwe gwenindirira obude okuziba.
6 Jukira, ai Mukama, okusasirakwo okulungi nekisakyo ;
Kubanga byaliwo eda neda lyona.
7 Tojukira bibi bya buvubuka bwange newakubade ebyonono byange :
Onjijukire ngekisakyo bwekiri,
Olwobulungibwo, ai Mukama.
8 Mukama ye mulungi era wa mazima :
Kyaliva aigiriza mu kubo abalina ebibi.
9 Abawombefu alibalung'amya mu musango :
Era abawombefu alibaigiriza ekubolye.
10 Amakubo gona aga Mukama kye kisa namazima
Eri abo abekuma endaganoye nokutegezakwe.
11 Olwerinyalyo, ai Mukama,
Onsonyiwe obubi bwange, kubanga bunene.

Omuntu atya Mukama aliwa ? 12
Oyo gwaliigiriza mu kubo lyalisima.
Emeneye eritula mu mirembe ; 13
Nezaderye lirisikira ensi.
Ekyama kya Mukama kiri mwabo abamutya ; 14
Era alibalaga endaganoye.
Amaso gange gamutunulira Mukama enaku zona; 15
Kubanga yaligya ebigere byange mu kyambika.
Onkyukire, onsasire ; 16
Kubanga ndekedwa omu nembonabona.
Enaku ezomutima gwange zeyongede : 17
Kale onziye mu bibonobono byange.
Lowoza enaku zange nokutegana kwange ; 18
Era onsonyiwe ebibi byange byona.
Lowoza abalabe bange, kubanga bangi ; 19
Era bankyawa obukyayi obukambwe.
Kale onkume ememe yange, omponye : 20
Tong'anya kukwatibwa nsonyi, kubanga nkwesiga gwe.
Obutukirivu namazima binkume, 21
Kubanga nindirira gwe.
Nunula Isiraeri, ai Katonda, 22
Mu bibonobonobye byona.

26

(Zabuli) ya Daudi.

ONSALIRE omusango, ai Mukama, kubanga natambulanga mu butukirivu bwange : 1
Era nesiganga Mukama obutabusabusa.
Onkebere, ai Mukama, onkeme ; 2
Ongezeko ememe yange nomutima gwange.
Kubanga ekisakyo kiri mu maso gange ; 3
Era natambulanga mu mazimago.
Satulanga wamu nabantu abatalimu ; 4
So siriingira wamu nabakusakusa.
Ekibina'kyabo abakola obubi nkikyawa, 5

So siritula wamu nababi.
6 Ndinaba mu ngalo zange mu butayonona;
Bwendyetolola bwentyo ekyotokyo, ai Mukama:
7 Ndyoke mpulirize edobozi eryokwebaza,
Njogere ku bikolwabyo byona ebyekitalo.
8 Mukama, njagala ekisulo ekyomunyumbayo,
Nekifo ekitibwakyo kyekitulamu.
9 Tonoga meme yange wamu nabalina ebibi,
Newakubade obulamu bwange wamu nabantu abomusai:
10 Emikono gyabwe girimu etima,
Nomukono gwabwe ogwadyo gujude enguzi.
11 Naye nze nditambula mu butukirivu bwange:
O'nunule, era onsasire.
12 Ekigere kyange kiimiride mu kifo ekiterevu:
Mu bibina ndimwebaza Mukama.

27

(Zabuli) ya Dandi.

1 MUKAMA gwe musana gwange nobulokozi bwange;
gwenditya yani?
Mukama ge manyi agobulamu bwange; alinkankanya yani?
2 Abakola obubi bwebānumba okulya omubiri gwange,
Be balabe bange era abankyawa, nebesitala nebagwa.
3 Newakubade ngegye lisiside okunwanyisa,
Omutima gwange tegulitya:
Newakubade ngentalo zimbadeko,
Era ne mwezo ndiguma' omwoyo.
4 Ekigambo kimu nkisabye Mukama, kyendinonya;
Okutula mu nyumba ya Mukama enaku zona ezobulamu bwange,
Okutunulira obulungi bwa Mukama, nokubuza mu yekaluye.

Kubanga ku lunaku olwokunakuwala alinkuma 5
mu kyama mu nyumbaye :
Awakwekerwa mu wemaye walinkisa ;
Alinyimusa ku lwazi.
Ne kakano omutwe gwange gunaimusibwa ku 6
balabe bange abanetolode ;
Era nawayo mu wemaye esadaka ezokusanyuka ;
Naimba, wewawo, naimba okutendereza Muka-
ma.
Wulira, ai Mukama, bwenkaba nedobozi lyange : 7
Era onsasire, onziremu.
(Bwewagamba nti) Munonye amaso gange ; omu- 8
tima gwange gwakugamba nti
Amasogo, Mukama, ndiganonya.
Tonkisa amasogo ; 9
Togoba muduwo mu busungu :
Gwe waberanga omubezi wange ;
Tonsula, so tondeka, ai Katonda owobulokozi
bwange.
Kubanga kitange ne mange bandese, 10
Naye Mukama alinjijanjaba.
Onjigirize ekubolyo, ai Mukama ; 11
Era onung'amye mu luwenda olulabika,
Olwabalabe bange.
Tompayo eri abalabe bange (okunkola) byebagala : 12
Kubanga abawairiza bangolokokedeko, nabo abasa
omuka ogwobukambwe.
Nandizirise, singa sakiriza okulaba obulungi bwa 13
Mukama
Munsi eyabalamu.
Lindirira Mukama : 14
Damu amanyi, ogume omwoyogwo ;
Wewawo, lindirira Mukama.

28

(Zabuli) ya Daudi.

1 Gwe, ai Mukama, ndikukowola ;
Olwazi lwange, togana kumpulira :
Neme okuba ngabo abaka mu kinya,
Obanga ononsirikirira.
2 Wulira edobozi eryokwegairira kwange, bwenku-
kabirira,
Bwenyimusa emikono gyange eri ekifo ekitukuvu
ekyovogereramu.
3 Tompalulira wamu nababi,
Nabo abakola obutali butukirivu ;
Abogera ebyemirembe ne banabwe,
Naye etima nga liri mu mitima gyabwe.
4 Obawe ngemirimu gyabwe bwegiri era ngobubi
obwebikolwa byabwe :
Obawe ngemikono gyabwe bwegikola ;
Obasasule byebasanide.
5 Kubanga tebalowoza mirimu gya Mukama,
Newakubade emikonogye byegikola,
Alibamenyamenya so talibazimba.
6 Atenderezebwe Mukama,
Kubanga awulide edobozi eryokwegairira kwange.
7 Mukama ge manyi gange era ye ngabo yange ;
Omutima gwange gwamwesiganga oyo, nemberwa :
Omutima gwange kyeguva gusanyuka enyo ;
Era ndimutendereza noluimba lwange.
8 Mukama ge manyi gabwe,
Era kye kidukiro ekyobulokozi eri oyo gweyasiga
amafuta.
9 Lokola abantubo, obawe omukisa abobusikabwo :
Obalise, obawanirire emirembe gyona.

29

Zabuli ya Daudi.

Mumuwe Mukama, mwe abana babazira, 1
Mumuwe Mukama ekitibwa namanyi.
Mumuwe Mukama ekitibwa erinyalye kyerisanira ; 2
Mumusinze Mukama mu butukirivu obuwoma.
Edobozi lya Mukama liri ku ma'zi : 3
Katonda owekitibwa abwatuka,
Ye Mukama, ku ma'zi amangi.
Edobozi lya Mukama lya manyi ; 4
Edobozi lya Mukama lijude ekitibwa.
Edobozi lya Mukama limenya emivule ; 5
Wewawo, Mukama amenyamenya emivule gya Lebanoni.
Era agizinyisa ngenyana ; 6
Lebanoni ne Sirioni ngenyana yembogo.
Edobozi lya Mukama lvawula enimi ezomuliro. 7
Edobozi lya Mukama likankanya olukola ; 8
Mukama akankanya olukola lwa Kadesi.
Edobozi lya Mukama lizaza empeyo, 9
Era likunkumulira dala amabira,
Era mu yekaluye buli kintu kyogera nti Ekitibwa.
Mukama yatula (nga kabaka) ku Mataba ; 10
Wewawo, Mukama atula nga kabaka emirembe gyona.
Mukama alibawa amanyi abantube ; 11
Mukama omukisa gwalibawa abantube gye mirembe.

30

Zabuli; oluimba Enyumba bweyawongebwa: (zabuli) ya Dandi.

1 Ndikugulumiza, ai Mukama; kubanga onyimusi'za,
Notobampanguza abalabe bange.
2 Ai Mukama Katonda wange,
Nakukowola, nawe nomponya.
3 Ai Mukama, walinyisa ememe yange okuva mu magombe:
Omponye'za okufa, neme okuka mu kinya.
4 Mumuimbire Mukama nga mumutendereza, mwe abatukuvube,
Nerinyalye etukuvu mulyebaze.
5 Kubanga obusungubwe buita mangu;
Mu kisakye mwebuli obulamu:
Amaziga wozi gainza okuberawo ekiro,
Naye esanyu lija obude nga bukede.
6 Nze bwenawebwa omukisa, nenjogera nti
Sirisagasagana emirembe gyona.
7 Gwe, Mukama, mu kisakyo wali onyuweze'za olusozi lwange:
Nokisa amasogo; neneralikirira.
8 Nenkukowola gwe, ai Mukama;
Era Mukama nemwegairira:
9 Omusai gwange guligasa gutya, bwendika mu kinya?
Enfufu erikutendereza? eribulira amazimago?
10 Wulira, ai Mukama, onsasire:
Mukama, gwe bera omubezi wange.
11 Onfulide okunakuwala kwange okuzina;
Onziyeko ebibukutu byange, onyambazi'za esanyu:
12 Ekitibwa kyange kiryoke kikuimbire okukutendereza, so kireme okusirika.
Ai Mukama Katonda wange, ndikwebaza emirembe gyona.

31

Ya mukula wabaimbi. Zaburi ya Daudi.

Ai Mukama, nkwesiga gwe ; neme okuswazibwa 1
emirembe gyona :
Ondokole mu butukirivubwo.
Ontegere okutukwo ; yanguya okundokola : 2
Obere gyendi olwazi olwamanyi, enyumba enko-
mere okumponya.
Kubanga gwoli lwazi lwange era ekigo kyange ; 3
Kale kulwerinyalo onkulembere onung'amye.
Onziye mu kyambika kyebanteze enkiso ; 4
Kubanga gwoli bugwe wange.
Mpayo omwoyo gwange mu mukonogwo : 5
Gwe wanunula, ai Mukama, gwe Katonda owama-
zima.
Mbakyawa abo abalowoza ebigambo ebyobulimba 6
ebitalimu :
Naye mwesiga Mukama.
Ndisanyuka, ndijaguza olwokusasirakwo : 7
Kubanga walaba ebibonobono byange ;
Wamanya ememe yange mu kulaba enaku :
So tewanziiza kukwatibwa mukono ogwomulabe ; 8
Ebigere byange wabisa mu kifo ekigazi.
Onsasire, ai Mukama, kubanga zinsanze : 9
Eriso lyange liwedemu olwokunakuwala ememe
yange nomubiri yange.
Kubanga obulamu bwange buita nokutegana, ne- 10
myaka gyange (giita) nokusinda.
Amanyi gange gampwedeko olwokwonona kwa-
nge, namagumba gange gako'ze.
Kulwabalabe bange bona nfuse ekivume, 11
Wewawo, eri abaliranwa bange enyo, era (nfuse)
entisa eri emikwano gyange :
Abandaba mu kubo nebanziruka.
Nerabidwa ngomufu atalowozebwa : 12
Nfanana ngekibya ekyatise.

13 Kubanga nawulira okuwairiza kwabangi,
Ensisi yanetololа :
Bwebali batesa ebigambo awamu kunze,
Nebasala amagezi okunziyako obulamu bwange.
14 Naye nakwesiga gwe, ai Mukama :
Nayogera nti Gwe Katonda wange.
15 Entuko zange ziri mu mukonogwo :
Ondokole mu mukono gwabalabe bange nabo abanjiganya.
16 Amasogo gākire omuduwo :
Ondokole mu kisakyo.
17 Neme okukwatibwa ensonyi, ai Mukama ; kubanga nkukowode gwe :
Ababi bakwatibwe ensonyi, basirike mu magombe.
18 Emimwa egyobulimba gisiruwale ;
Egyogera ku batukirivu nekyejo,
Namalala nokunyoma.
19 Obulungibwo nga bungi bwewaterekera abo abakutya,
Bwewabakolera abakwesiga, mu maso gabana babantu !
20 Egyoli awakwekebwa wolibakisa munkwe ezabantu :
Olibakumira mu wema mu kyama eri enimi eziyomba.
21 Atenderezebwe Mukama :
Kubanga andaze ekisakye ekyekitalo mu kibuga ekiriko ekigo.
22 Nze nayogera nga nyanguiriza nti Nzikiride mu masogo :
Naye wawulira edobozi eryokwegairira kwange bwenakukowola.
23 Kale mumwagale Mukama, mwena abatukuvube :
Mukama abawonya abesigwa,
Era asasulira dala obungi akola ebyamalala.
24 Mudemu amanyi, mugume omwoyo gwamwe,
Mwena abasubira mu Mukama.

32

(Zabuli) ya Daudi. Masikiri.

AWEREDWA omukisa asonyidwa ekyononokye ne- 1
kibikye kikwekedwa.
Aweredwa omukisa Mukama gwatabalira butali 2
butukirivu,
Ne mu mwoyogwe temuli bukusa.
Bwenasirika, amagumba gange gakadiwa 3
Olwokukaba kwange obude okuziba.
Kubanga emisana nekiro omukonogwo gwanzi- 4
towerera:
Ama'zi gange negakalira ngolwomusana ogwe-
kyeya. [Sera
Nenkwatulira ekibi kyange, nobutali butukirivu 5
bwange nesibukweka:
Nayogera nti Mukama namwatulira ebyonono
byange;
Nawe nonsonyiwa obutali butukirivu obwekibi
kyange. [Sera
Kulwekyo buli atya Katonda akusabe mu biro 6
byoinza okulabikiramu:
Mazima mu ntaba ezama'zi amangi tebalituka
gyali.
Oli kyekweko kyange; olinkuma mu kulaba 7
enaku;
Olinetoloza enyimba ezobulokozi. [Sera
Ndikuigiriza, ndikulaga mu kubo lyoliitamu: 8
Ndikuteseza ebigambo eriso lyange nga liri kugwe.
Temuba nga mbalasi, nenyumbu, ezitalina ma- 9
gezi:
Ezigwanira okusibibwa ekyuma nolukoba okuzi-
ziiza,
(Awatali ebyo,) tezirija gyoli.
Ababi baliraba enaku nyingi: 10
Naye oyo eyesiga Mukama okusasirwa kulimwe-
tolola.

11 Musanyukire Mukama, mujaguze, mwe abatukirivu :
Mwogerere wagulu olwesanyu, mwena abalina omutima ogwamazima.

33

1 Musanyukire Mukama, mwe abatukirivu :
Okutendereza kubasanira abalina omwoyo ogwamazima.
2 Mumwebaze Mukama nenanga :
Muimbe okumutendereza nenanga eyengoye kumi.
3 Mumuimbire oluimba olugya ;
Mukube enanga namagezi nedobozi dene.
4 Kubanga ekigambo kya Mukama kigolokofu ;
Nomulimugwe gwona (agukola) mu bwesigwa.
5 Ayagala obutukirivu nemisango :
Ensi ejude ekisa kya Mukama.
6 Mu kigambo kya Mukama egulu lyakolebwa ;
Negye lyamu lyona (lyakolebwa) nomuka ogwakamwake.
7 Ama'zi agomunyanja agakung'anya ngentumo :
Atereka amadubi mu mawanika.
8 Ensi zona zitye Mukama :
Bona abali munsi zona bamukankanire.
9 Kubanga yayogera nekikolebwa ;
Yalagira nekinyuwera.
10 Mukama agyawo okutesa kwamawanga :
Adibya ebirowozo byabantu.
11 Okutesa kwa Mukama kunyuwera enaku zona,
Nebirowozo byomutimagwe okutusa emirembe gyona.
12 Egwanga eririna Mukama okuba Katonda walyo liweredwa omukisa ;
Abantu beyalonda okuba obusikabwe ye.
13 Mukama alengera ngaima mu gulu ;
Atunulira abana babantu bona ;

Ngaima mu kifo ekyekisulokye alaba 14
Kwabo abali munsi bona ;
Abumba emitima gyabwe bona, 15
Alowoza ebikolwa byabwe byona.
Tewali kabaka alokoka olwegye okuba eringi : 16
Omuzira tawonyezebwa manyi mangi.
Embalasi kye kintu ekitalimu ku bulokozi : 17
So teriwonya muntu olwamanyi gayo amangi.
Laba, eriso lya Mukama liri kwabo abamutya, 18
Kwabo abasubira mu kusasirakwe ;
Okuwonya ememe yabwe okufa, 19
Nokubakuma abalamu mu njala.
Ememe yafe emulindiride Mukama : 20
Oyo ye mubezi wafe, era ye ngabo yafe.
Kubanga omutima gwafe gulisanyukira oyo, 21
Kubanga twesize erinyalye etukuvu.
Okusasirakwo, ai Mukama, kubere kufe, 22
Nga fe bwetusubira mugwe.

34

(Zabuli) ya Daudi ; bweyawanyisa enpisaze mu maso ga Abimereka, eyamugoba, nagenda.

Ndimwebaza Mukama mu biro byona : 1
Etendolye liri mu kamwa kange bulijo.
Ememe yange eryenyumiriza mu Mukama : 2
Abawombefu baliwulira, balisanyuka.
Mumukuze Mukama wamu nange, 3
Tugulumize erinyalye fena.
Nanonya Mukama, nanziramu, 4
Nandokola mu kutya kwange kwona.
Bamutunulira, nebalaba omusana : 5
Era amaso gabwe tegalikwatibwa nsonyi emirembe gyona.
Omunaku ono yakowola, Mukama namuwulira, 6
Namulokola mu nakuze zona.
Malaika wa Mukama asisira okwetolola abo aba- 7
mutya,

Nabalokola.
8 Mulege mutegere Mukama nga mulungi :
Aweredwa omukisa oyo amwesiga.
9 Mumutye Mukama, mwe abatukuvube :
Kubanga tebabulwa kintu abamutya.
10 Obwana bwempologoma bubulwa nebulumwa enjala :
Naye abanonya Mukama tebalibulwa kintu kirungi kyona.
11 Muje, mwe abana abato, mumpulire :
Nabaigiriza okutya Mukama.
12 Muntu ki ayagala obulamu,
Era eyegomba enaku (enyingi), alyoke alabe obulungi ?
13 Ziiza olulimirwo mu bubi,
Nemimwagyo obutogera bukusa.
14 Va mu bubi, okole obulungi ;
Nonya emirembe, ogigoberere.
15 Amaso ga Mukama galaba abatukirivu,
Namatuge gawulira okukaba kwabwe.
16 Obwenyi bwa Mukama buba kwabo abakola obubi,
Amalemu okujukirwa kwabwe munsi.
17 (Abatukirivu) bākowola, Mukama nawulira,
Nabalokola mu naku zabwe zona.
18 Mukama ali kumpi nabo abalina omutima ogumenyese.
Era abawonya abalina omwoyo ogubonerede.
19 Ebibonobono ebyomutukirivu bye bingi :
Naye Mukama amulokola mu byona.
20 Akuma amagumbage gona :
Linago erimu terimenyeka.
21 Obubi bulimuta omubi :
Nabo abakyawa omutukirivu balisingibwa omusango.
22 Mukama abanunula ememe yabadube :
So tewali mubo abamwesiga alisingibwa omusango.

35

(Zabuli) ya Daudi.

WAKANA, ai Mukama, nabo abawakana nange : 1
Lwana nabo abalwana nange.
Kwata engabo nakagabo, 2
Oimirire okumbera.
Era sowola nefumu, obazibire ekubo abo abanji- 3
ganya :
Ogambe ememe yange nti Nze bulokozibwo.
Bakwatibwe ensonyi baswazibwe abanjiganya 4
ememe yange :
Ba'zibwe enyuma beralikirizibwe abatesa oku-
nkola obubi.
Babere ngebisusunku ebitwalibwa nempewo, 5
Era malaika wa Mukama ngabagoba.
Ekubo lyabwe libere ekizikiza nobuserezi, 6
Era malaika wa Mukama ngabaiganya.
Kubanga awatali nsonga bankisi'za mu kinya 7
ekyambika kyabwe,
Awatali nsonga basimide ememe yange.
Okuzikirira kumujeko nga talaba ; 8
Nekyambikakye kyeyakisa kimukwate ye ye
nyini :
Akigwemu nokuzikirira.
Nememe yange erisanyukira Mukama : 9
Erijaguliza obulokozibwe.
Amagumba gange gona galyogera nti Mukama, 10
ani afanana nga gwe,
Awonya omwavu eri oyo amusinga amanyi,
Awonya omwavu nomunafu eri oyo amunyaga ?
Abajulirwa abatali batukirivu bagolokose ; 11
Bambuza ebigambo byesimanyi.
Bansasula obubi kulwobulungi, 12
Okweralikiriza ememe yange.
Naye nze, bwebalwala, nenyambala ebibukutu : 13
Nenteganya ememe yange nokusiba ;
Nokusaba kwange nekuda mu kifuba kyange.

14 Nemba nga bwenakubade singa yali mukwano
gwange oba muganda wange :
Nenkutama nenakuwala ngafiridwa nyina.
15 Naye bwenawenyera nze, nebasanyuka, nebaku-
ng'ana :
Abagwagwa nebankung'anirako, nesimanya ;
Nebanjuza, nebatalekayo :
16 Ngabo abatatya Katonda abadula mu mbaga,
Bwebāluma obujigi bwebatyo, nga bansunguwalira.
17 Mukama, olitusa wa okutunula obutunuzi ?
Wonya ememe yange mu kuzikiriza kwabwe,
Akaganzi kange mu mpologoma.
18 Ndikwebaza mu kibina ekinene :
Ndikutendereza mu bantu abangi.
19 Abo abalabe bange baleme okunsanyukirako no-
bulimba :
Era abakyawa awatali nsonga baleme okutemya
ekikowe.
20 Kubanga tebogera mirembe :
Naye batesa ebigambo ebyobulimba kwabo abate-
rera munsi.
21 Era banjasamirira dala akamwa kabwe ;
Nebogera nti Gwe, gwe, eriso lyafe lyakiraba.
22 Gwe wakiraba, ai Mukama ; tosirika :
Ai Mukama, tombera wala.
23 Golokoka, ozukuke okunsalira omusango,
Era olwensonga yange, Katonda wange era Mu-
kama wange.
24 Onsalire omusango, ai Mukama Katonda wange,
ngobutukirivubwo bwebuli ;
So tobaganya kunsanyukirako ;
25 Baleme okwogera mu mutima gwabwe nti Bwo-
tyo ! bwetwagala bwetutyo :
Baleme okwogera nti Tumumize bugobo.
26 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe bona abasanyu-
kira nze okulaba akabi :
Bambale ensonyi nokunyomebwa abanegulumiri-
zako.

Bogerere wagulu olwesanyu, bajaguze, ababera ensonga yange eyobutukirivu : 27
Era bogere bulijo nti Mukama agulumizibwe,
Asanyukira omukisa ogwomuduwe.
Nolulimi lwange lulyogera ku butukirivubwo, 28
(Ne) ku tendolyo obude okuziba.

36

Ya mukulu wabaimbi. (Zabuli) ya Daudi omudu wa Mukama.

Ekyonono kyomubi kyogera mu mutima gwange nti 1
Tewali kutya Katonda mu masoge.
Kubanga yenyumiriza mu masoge ye, 2
Ngobutali butukirivubwe tebulirabika nebukyayibwa.
Ebigambo ebyakamwake bwe butali butukirivu nobulimba : 3
Alese okuba namagezi nokukola obulungi.
Atesa obutali butukirivu ku kitandakye ; 4
Yeteka mu kubo eritali dungi ;
Takyawa bubi.
Ekisakyo, ai Mukama, kiri mu gulu ; 5
Obwesigebwo bubuna ebanga.
Obutukirivubwo buli ngensozi za Katonda ; 6
Emisangogyo bwe buziba obunene :
Ai Mukama, gwowonya abantu nebisolo.
Ekisakyo, ai Katonda, nga kya muwendo mungi ! 7
Era abana babantu badukira wansi wekisikirize ekyebiwawatirobyo.
Balikusibwa dala obuge'vu obwenyumbayo. 8
Era olibanywesa ku muga ogwesanyulyo.
Kubanga woli we wali olu'zi olwobulamu : 9
Mu musanagwo nafe mwetulirabira omusana.
Kale yongera ekisakyo eri abo abakumanya ; 10
Nobutukirivubwo eri abo abalina omutima ogwamazima.

11 Toganya kigere kya malala okunjijirako,
Newakubade omukono gwomubi okungoba.
12 Eri gyebagude abakola obutali butukirivu:
Bamegedwa wansi, so tebainze kuimuka.

37

(Zabuli) ya Daudi.

1 Teweralikiriranga lwabo abakola obubi,
So tokwatibwa bugya kwabo abakola ebitali bya butukirivu.
2 Kubanga balisalwa mangu ngesubi,
Baliwotoka ngomudo ogumera.
3 Wesige Mukama, okole obulungi;
Bera munsi, ogoberere obwesigwa.
4 Era sanyukira Mukama:
Naye alikuwa omutimagwo byegusaba.
5 Olugendolwo oluiringise ku Mukama;
Era wesige oyo, naye alikitukiriza.
6 Era alyolesa obutukirivubwo ngomusana,
Nomusangogwo ngetuntu.
7 Sirika eri Mukama, omulindirire nokugumikiriza:
Teweralikirira lwoyo alaba ebirungi mu kubolye,
Olwomuntu atukiriza enkwe ezobubi.
8 Leka obusungu, ove mu kiruwi:
Teweralikirira; kwagala bwagazi okuleta obubi.
9 Kubanga abakola obubi balizikirizibwa:
Naye abamulindirira Mukama abo be balisikira ensi.
10 Kubanga waliba akasera katono, nomubi taliberawo.
Wewawo, ekifokye olikitunulira dala, naye taliberawo.
11 Naye abawombefu balisikira ensi;
Era balisanyukira emirembe emingi.
12 Omubi yekoba ku mutukirivu,
Era aluma bujigi ngamusunguwalide.

Mukama alimusekerera: 13
Kubanga alaba ngolunakulwe luja.
Ababi basowode ekitala, baleze omutego gwabwe; 14
Okusula omwavu nomunafu,
Okuta abo (abatambula) mu kubo namazima.
Ekitala kyabwe kirifumita omutima gwabwe 15
bo,
Nemitego gyabwe girimenyeka.
Ebitono omutukirivu byalina 16
Bisinga obugaga obwababi abangi.
Kubanga emikono gyababi girimenyeka: 17
Naye Mukama abanyuweza abatukirivu.
Mukama amanya enaku zabo abatukiride: 18
Nobusika bwabwe bulibera bwa mirembe gyona.
Tebalikwatibwa nsonyi mu biro ebyakabi: 19
Ne mu naku ezenjala balikuta.
Naye ababi balibula, 20
Nabalabe ba Mukama baliba ngekisinga amasavu
mu birundibwa:
Balibula; balibulira dala mu muka.
Omubi yewola, natasasula nate: 21
Naye omutukirivu akola ebyekisa, agaba.
Kubanga abawebwa omukisagwe balisikira ensi; 22
Nabo abakolimirwa ye balizikirizibwa.
Olugendo olwomuntu lunyuwezebwa Mukama; 23
Era asanyukira ekubolye.
Newakubade ngagwa, talisulirwa dala wansi: 24
Kubanga Mukama amunyuweza nomukonogwe.
Nali muto, kakano nkadiye; 25
Naye sirabanga mutukirivu ngalekedwa,
Newakubade ezaderye nga basaba emere.
Obude okuziba akola ebyekisa, nawola; 26
Nezaderye liwebwa omukisa.
Ove mu bubi, okole obulungi; 27
Oberewo emirembe nemirembe.
Kubanga Mukama ayagala ensonga, 28
Era taleka batukuvube;
Bakumibwa emirembe gyona:

Naye ezade eryomubi lirizikirizibwa.
29 Abatukirivu balisikira ensi,
Baligiberamu emirembe gyona.
30 Akamwa komutukirivu kogera ebyamagezi,
Nolulimirwe lubulira ensonga.
31 Amateka ga Katondawe gabera mu mutimagwe;
Mu lugendolwe lwona taliserera.
32 Omubi atunulira omutukirivu,
Ngayagala okumu'ta.
33 Mukama talimuleka mu mukonogwe,
So talimusinza bwalisalirwa omusango.
34 Lindirira Mukama, okwate ekubolye,
Naye alikugulumiza okusikira ensi:
Ababi bwebalizikirizibwa oliraba.
35 Nalaba omubi ngalina obuinza obungi,
Era ngagulumide ngomuti ogumeze ku taka lyagwo.
36 Naye bwebaita, laba, taliwo:
Era namunonya, naye teyalabika.
37 Wekalirize oyo atukiride, olabe owamazima:
Kubanga enkomerero eyomuntu (oyo) mirembe.
38 Abononyi, bo balizikirizibwa bona:
Enkomerero dala eyomubi erizikirizibwa.
39 Naye obulokozi obwabatukirivu buva eri Mukama:
Oyo kye kigo kyabwe mu biro ebyokulabiramu enaku.
40 Era Mukama ababera, nabawonya:
Abawonya eri ababi, nabalokola,
Kubanga beyunye oyo.

38

Zabuli ya Daudi, eyokujukiza.

1 Ai Mukama, tonenya mu busungubwo:
So tombulirira mu kiruwikyo ekyaka.
2 Kubanga obusalebwo bunkwatide dala,
Nomukonogwo gunyigiriza nyo.

Temuli bulamu mu mubiri gwange olwokunyi- 3
gakwo ;
So temuli kuwona mu magumba gange olwokwo-
nona kwange.
Kubanga obutali butukirivu bwange buise ku 4
mutwe gwange :
Ngemugugu omunene bunzitowerede bunemye.
Ebiwundu byange biwunya era bivunze, 5
Olwobusirusiru bwange.
Numidwa, nkutamizibwa nyo ; 6
Ntambula nga nkaba obude okuziba.
Kubanga ekiwato kyange kijude okwokya ; 7
So temuli bulamu mu mubiri gwange.
Nyongobera, menyesemenyese : 8
Mpulugumye olwokweralikirira kwomutima gwa-
nge.
Mukama, byenjagala byona biri mu masogo ; 9
Nokusinda kwange tekukukisibwa.
Omutima gwange guntunduga, amanyi gange 10
gampwedemu :
Omusana ogwamaso gange, era nagwo gumbuze.
Abanjagala ne mikwano gyange bewala ekibono- 11
bono kyange ;
Ne baganda bange baimirira wala.
Era nabo abanjiganya obulamu bwange bantega ; 12
Nabo abagala nze okulaba akabi bogera ebyetii-
ma,
Era balowoza ebyobulimba obude okuziba.
Naye nze, ngomuzibe wamatu, siwulira ; 13
Era ninga omusiru atayasama kamwake.
Mazima, ninga omuntu atawulira, 14
Ne mu kamwake temuli kunenya.
Kubanga eri gwe, ai Mukama, gyensubira : 15
Olidamu, ai Mukama Katonda wange.
Kubanga nayogera nti Baleme okunsanyukirako : 16
Ekigere kyange bwekiserera, banegulumirizako.
Kubanga nze ndi kumpi nokuwenyera, 17
Nenaku zange ziri mu maso gange bulijo.

18 Kubanga ndyatula obutali butukirivu bwange;
Ndinakuwala olwokwonona kwange.
19 Naye abalabe bange balamu, balina amanyi:
Nabo abankyawa olwobulimba beyongede.
20 Era nabo abasasula obubi olwobulungi
Be balabe bange, kubanga ngoberera ebigambo ebirungi.
21 Tondeka, ai Mukama:
Ai Katonda wange, tombera wala.
22 Yanguwa okumbera,
Ai Mukama, obulokozi bwange.

39

Ya mukulu wabaimbi, ya Yedusuni. Zabuli ya Daudi.

1 NAYOGERA nti Ndyekuma amakubo gange,
Neme okwononya olulimi lwange:
Ndisiba akamwa kange nolukoba,
Omubi ngali mu maso gange.
2 Nasiruwala obutayogera, nasirika, newakubade ebirungi (sabyogera);
Okunakuwala kwange nekweyongera.
3 Omutima gwange negwaka munda yange;
Bwenali ndowoza, omuliro negukolera:
(Nendyoka) njogera nolulimi lwange:
4 Mukama, ontegeze enkomerero yange,
Nekigero ekyenaku zange bwekiri;
Ntegere bwendi omumenyefu.
5 Laba, enaku zange wazikola ngenta;
Nobulamu bwange buli nga si kintu gyoli:
Mazima, buli muntu, bwanyuwerera dala, muka buka. [Sela
6 Mazima, buli muntu atambula mu kifananyi ekitalimu.
Mazima, beralikiririra bwerere:
Akuma (obugaga), so tamanya agenda okubutwala.
7 Ne kakano, Mukama, nindirira ki?
Eri gwe gyensubira.

Onziye mu byonono byange byona: 8
Tonfula kivume kya basirusiru.
Nasiruwala, sayasama kamwa kange; 9
Kubanga wakikola.
Onziyeko omugogwo: 10
Malidwamu amanyi olwokukuba kwomukonogwo.
Bwobuliriranga omuntu nokunenya olwobutali 11
butukirivu,
Omumaliramu dala obulungibwe, ngenyenje:
Mazima, buli muntu muka. [Sela
Wulira okusaba kwange, ai Mukama, okirize 12
okukaba kwange;
Tosirikira maziga gange:
Kubanga nze ndi mugenyi gyoli,
Omutambuze, nga bajaja bange bona bwebali.
Onsasire, ndyoke nziremu amanyi, 13
Nga sinava muno nesiberawo.

40

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

NALINDIRIRA Mukama nokugumikiriza; 1
Nantegera (okutu), nampulira okukaba kwange.
Era nanziya mu kinya ekyokuzikirira, mu bito- 2
sitosi;
Nateka ebigere byange ku lwazi, nanyuweza okugenda kwange.
Era noluimba olugya alu'si'za mu kamwa kange, 3
kwe kutendereza Katonda wafe:
Bangi abaliraba, nebatya,
Nebesiga Mukama.
Aweredwa omukisa omuntu eyesiga Mukama, 4
Natabasamu ekitibwa abamalala newakubade abakyamira mu bulimba.
Ebikolwa ebyekitalo byewakola, ai Mukama Ka- 5
tonda wange, bingi,

Nebirowozobyo ebiri gyetuli :
Tebiinzika kukulongokera kina kimu ;
Singa mbade njagala okubibulira nokubyogerako,
Tebibalika obungi.
6 Sadaka nebiwebwayo tobisanyukira ;
Amatu gange ogawuli'za :
Ebyokebwa nebiwebwayo olwebibi tewabyagala.
7 Nendyoka njogera nti Laba, nzize ;
Mu muzingo ogwekitabo kyampandikirwamu :
8 Nsanyuka okukola byoyagala, ai Katonda wange;
Wewawo, amatekago gali mu mutima gwange munda.
9 Mbulide obutukirivu mu kibina ekinene ;
Laba, siribuniza mimwa gyange,
Ai Mukama, gwomanyi.
10 Sikwekanga butukirivubwo mu mutima gwange munda ;
Mbulide obwesigebwo nobulokozibwo :
Ekisakyo namazimago sibikisanga ekibina ekinene.
11 Nawe, ai Mukama, tonyima kusasirakwo okulungi :
Ekisakyo namazimago binkumenga enaku zona.
12 Kubanga obubi obutabalika bunetolode,
Obutali butukirivu bwange buntuseko nokuinza nesiinza kutunula wagulu ;
Businga enviri ezokumutwe gwange obungi, era omutima gwange gundese.
13 Kiriza, ai Mukama, okumponya :
Yanguwa okumbera, ai Mukama.
14 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe bona abanonya ememe yange okuguzikiriza :
Ba'zibwe enyuma banyomebwe
Abo abasanyukira nze okulaba akabi.
15 Balekebwe olwensonyi zabwe
Abo abansoza.
16 Bona abakunonya bakusanyukire bajaguze :
Abo abagala obulokozibwo bogerenga bulijo nti

Mukama agulumizibwe.
Naye nze ndi mwavu, netaga ; 17
Mukama andowoza :
Gwoli mubezi wange era omulokozi wange ;
Tolwawo, ai Katonda wange.

41

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

AwereDWA omukisa oyo ajukira omwavu : 1
Mukama alimulokola ku lunaku olwakabi.
Mukama alimukuma, alimuwonya, era aliwebwa 2
omukisa munsi ;
So tomuwayo eri abalabebe (okumukola) byebagala.
Mukama alimujanjaba ngayongobera ku kitanda : 3
Gwe olongoseza dala ekiririkye bwalwala.
Nayogera nti Ai Mukama, onsasire: 4
Omponye ememe yange; kubanga nyononye gwe.
Abalabe bange banjogerako obubi nti 5
Alifa di, erinyalye neribula ?
Era nebwaja okundaba, ayogera ebitalimu ; 6
Omutimagwe gwekung'anyiza obutali butukirivu:
Bwava mu nyumba, abubulira.
Bona abankyawa bangeyera wamu : 7
Batesa ebigambo okunkola akabi.
(Bogera nti) Endwade embi emukute : 8
Kakano bwagalamide, tagenda kugolokoka nate.
Era ne munange mukwano gwange nze, gwenesiga, 9
eyalyanga ku mere yange,
Ansitulide ekisinzirokye.
Naye gwe, ai Mukama, onsasire, ongolokose, 10
Ndyoke mbawalanire egwanga.
Kyenvude manya ngonsanyukira, 11
Kubanga omulabe wange tampangula.
Naye nze, onyuweza nze mu butukirivu bwange, 12
Era onteka mu masogo enaku zona.

13 Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri,
Okuva mu mirembe gyona okutusa emirembe nemirembe.
Amina, era Amina.

42

Ya mukulu wabaimbi ; Maskiri ya batabani ba Kola.

1 Ngempeyo bwewejaweja olwama'zi,
Bwetyo nememe yange bwewejaweja kululwo, ai Katonda.
2 Ememe yange erumwa enjala kulwa Katonda, kulwa Katonda omulamu :
Ndituka di nendabika mu maso ga Katonda ?
3 Amaziga gange ye mere yange emisana nekiro,
Bwebang'amba obude okuziba nti Katondawo alirudawa ?
4 Bino mbijukira, nenfuka ememe yange munda yange,
Bwenagenda nekibina, nembatwala mu nyumba ya Katonda,
Nedobozi eryesanyu neryokutendereza, ekibina ekyegendereza olunaku.
5 Kiki ekikukutami'za, ememe yange ?
Kiki ekikweralikiriza munda yange ?
Subira eri Katonda : kubanga eda ndimutendereza
Olwobulamu obwamasoge.
6 Ai Katonda wange, ememe yange ekutamye munda yange :
Kyenva nkujukirira munsi ya Yolidani,
Ne ku nsozi Keremoni, ne ku kasozi Mizala.
7 Obuziba bukowola obuziba ama'zigo agefukula bwegayira :
Amayengogo gona namasingisirago gampiseko.
8 Naye Mukama analagiranga ekisakye emisana,
Nekiro oluimbalwe lunaberanga nange.
Kwe kusaba Katonda owobulamu bwange.

Ndimugamba Katonda olwazi lwange nti Kiki ekikwerabizi'za nze?
Lwaki nze okugenda nga nkaba olwokujoga kwomulabe?
Ngekitala mu magumba gange, abalabe bange banvuma;
Nga bang'amba obutayosa nti Katondawo alirudawa?
Kiki ekikukutami'za, ememe yange?
Kiki ekikweralikiriza munda yange?
Subira eri Katonda: kubanga eda ndimutendereza,
Bwe bulamu obwamaso gange, era Katonda wange.

43

Onsalire omusango, ai Katonda, era ompolereze ensonga eri egwanga eritatya Katonda:
Ondokole eri omuntu owobulimba atali mutukirivu.
Kubanga gwoli Katonda wa manyi gange; kiki ekikunsuzi'za ewala?
Lwaki nze okugenda nga nkaba olwokujoga kwomulabe?
Kale otume omusanagwo namazimago; ebyo binung'amye:
Bindete ku lusozirwo olutukuvu,
Ne mu wemazo.
Nendyoka ng'enda ku kyoto kya Katonda,
Eri Katonda esanyu lyange eritasingika:
Ne ku nanga ndikutendereza, ai Katonda, Katonda wange.
Kiki ekikukutami'za, ememe yange?
Kiki ekikweralikiriza munda yange?
Subira eri Katonda: kubanga eda ndimutendereza,
Bwe bulamu obwamaso gange, era Katonda wange.

44

Ya mukulu wabaimbi ; (zabuli) ya batabani ba Kola. Maskidi.

1 TWAWULIRA namatu gafe, ai Katonda, bakitafe batubulira,
Emirimu gyewakola mu naku zabwe, mu naku ezeda.
2 Amawanga wagagobamu nomukonogwo, nobasigamu bo ;
Wabonyabonya amawanga, nogasasanyiza dala.
3 Kubanga tebalya nsi olwekitala yabwe,
Newakubade omukono gwabwe si gwe gwabalokola :
Wabula omukonogwo ogwadyo nengalozo, nomusana ogwamasogo,
Kubanga balaba ekisa eri gwe.
4 Gwoli kabaka wange, ai Katonda :
Lagira obulokozi eri Yakobo.
5 Kububwo tulisindika abalabe bafe wansi :
Olwerinyalyo tulibalinyirira abo abatugolokokera fe.
6 Kubanga siryesiga mutego gwange,
So ekitala kyange sikye kirindokola.
7 Naye gwe watulokola eri abalabe bafe,
Era wabaswaza abatukyawa.
8 Mu Katonda mwetwenyumiririza obude okuziba,
Era tuliryebaza erinyalyo emirembe gyona. [Sela
9 Naye kakano otusude wala, otukwasi'za ensonyi ;
So totabala negye lyafe.
10 Otu'za nyuma eri abalabe :
Nabo abatukyawa benyagira.
11 Watuwayo ngendiga okuba enyama ;
Watusasanya mu mawanga.
12 Abantubo obatundira bwerere,
So nomuwendo gwabwe togwongeze'za (ku bugagabwo).
13 Otufula ekivume eri abaliranwa bafe,

Ekinyomebwa, ekisekererwa eri abo abatwetolode.
Otufula olugero mu mawanga, 14
Okunyenyezebwa kwomutwe mu bantu.
Obude okuziba okunyomebwa kwange kunjolekede, 15
Nensonyi ezamaso gange zinsanikide,
Olwedobozi lyoyo abogola, avuma; 16
Olwomulabe nolwoyo awalana egwanga.
Ebyo byona bitutuseko; naye tetukwerabide, 17
So tetukoze bya bulimba mu ndaganoyo.
Omutima gwafe tegu ze nyuma, 18
So ebigere byafe tebikyamye kuva mu kubolyo;
Newewatumenyamenya enyo mu kifo ekyebibe, 19
Notusanikiza ekisikirize ekyokufa.
Obanga twerabide erinya lya Katonda wafe, 20
Oba tugolode emikono gyafe eri Katonda omugya,
Ekyo Katonda talikinonya? 21
Kubanga ebyama ebyomumutima abimanyi.
Era tutibwa obude okuziba okulangibwa gwe; 22
Tuli ngendiga ezokusalibwa.
Zukuka, kiki ekikwebasa, ai Mukama? 23
Golokoka, totusula wala emirembe gyona.
Kiki ekikukwese'za amasogo, 24
Nebibonobono byafe nokujogebwa nobyerabira?
Kubanga ememe yafe ekutamye mu nfufu: 25
Olubuto lwafe lwegase netaka.
Golokoka okutubera, 26
Otununule olwekisakyo.

45

Ya mukulu wabaimbi; eyekisosanimu; (zabuli) ya batabani ba Kola. Masikiri. Oluimba olwokwagala.

Omutima gwange gujude musera ekigambo ekirungi: 1
Njogera ebigambo byempandise bya kabaka:

Olulimi lwange ye kalamu eyomuwandisi omwangu.
2 Gwosinga abana babantu obulungi;
Ekisa kifukidwa ku mimwagyo:
Katonda kyeyava akuwa omukisa emirembe gyona.
3 Wesibe ekitalakyo mu kiwatokyo, gwe owamanyi.
(Kye) kitibwakyo nobukulubwo.
4 Ne mu bukulubwo webagale owangule,
Olwamazima nobuwombefu nobutukirivu:
Nomukonogwo ogwadyo gulikuigiriza ebyentisa.
5 Obusalebwo bwa bwogi;
Amawanga gagwa wansi mu masogo;
(Buli) mu mutima gwabalabe ba kabaka.
6 Entebeyo, ai Katonda, ya luberera emirembe gyona:
Omugo ogwobutukirivu gwe mugo ogwobwakabakabwo.
7 Wayagala obutukirivu, wakyawa obubi:
Katonda, Katondawo, kyavude akutekako
Amafuta agesanyu okusinga bano.
8 Ebyambalobyo byona biwunya akawowo moli ne akalosi ne kasiya;
Mu mayumba agamasanga enanga zikusanyusi'za.
9 Mu bakyalabo mulimu abambeja:
Ku mukonogwo ogwadyo kadulubale aimirira ngayambade zabu ya Ofira.
10 Wulira, omuwala, olowoze, otege okutukwo;
Era werabire ekika kyamwe, nenyumba ya kitawo;
11 Bwatyo kabaka alyagala obulungibwo:
Kubanga ye Mukamawo; era omusinze.
12 Nomuwala wa Tulo (alija) nekirabo;
Era nabagaga abomubantu balikwegairira ekisakyo.
13 Omuwala wa kabaka munda (mu lubiri) wa kitibwa kyerere:
Olugoyerwe lukoledwamu ne zabu.
14 Analetebwa eri kabaka ngayambade ebyamabala:
Bawala bane abamugoberera
Banaletebwa gyoli.
15 Banaletebwa nokusanyuka nokujaguza:
Banaingira mu nyumba ya kabaka.

Awali bakitawo walibera abanabo, 16
Bolifula abalangira munsi zona.
Ndijukiza erinyalyo emirembe gyona: 17
Amawanga kyegaliva gakwebaza emirembe nemirembe.

46

Ya mukulu wabaimbi; (zabuli) ya batabani ba Kola; eyekyalamosi. Oluimba.

Katonda kye kidukiro namanyi gafe, 1
Omubezi dala atabula mu kulaba enaku.
Kyetuliva tulema okutya, ensi newerikyuka, 2
Nensozi newezirisiguka mu buziba obwenyanja;
Ama'zi gayo newegaliira newegalyekulumulula, 3
Nensozi newezirikankana nokwetabula kwayo. [Sera
Waliwo omuga, emyala gyagwo gisanyusa ekibuga 4
kya Katonda,
Ekifo ekitukuvu ekyewema zoyo ali wagulu enyo.
Katonda ali wakati wakyo; tekirisagasagana: 5
Katonda alikibera, alikibera enkya mu matulutulu.
Amawanga gāyogana, obwakabaka nebwetabula: 6
Yaleta edobozirye, ensi nesanuka.
Mukama wegye ali wamu nafe; 7
Katonda wa Yakobo kye kidukiro kyafe. [Sera
Muje, mulabe ebikolwa bya Mukama, 8
Okuzikiriza kweyaleta munsi.
Agyawo entalo okutusa ku nkomerero yensi; 9
Amenya omutego, nefumu alikutula;
Namagali agokya omuliro.
Musirike mumanye nga nze Katonda: 10
Ndigulumizibwa mu mawanga, ndigulumizibwa munsi.
Mukama wegye ali wamu nafe; 11
Katonda wa Yakobo kye kidukiro kyafe. [Sera

47

Ya mukulu wabaimbi; zabuli ya batabani ba Kola.

1 MUKALE mukube mu ngalo, mwe amawanga gona;
Mwogerere wagulu eri Katonda nedobozi eryokuwangula.
2 Kubanga Mukama ali wagulu enyo wa ntisa:
Ye kabaka omukulu afuga ensi zona.
3 Alijemula abantu netubafuga,
Namawanga (aligasa) wansi webigere byafe.
4 Alitulondera obusika bwafe,
Okuwoma kwa Yakobo gweyayagala. [Sela
5 Katonda alinye nokwogerera wagulu,
Mukama (alinye) nedobozi eryakagombe.
6 Muimbe okutendereza Katonda, muimbe okumutendereza:
Muimbe okutendereza Kabaka wafe, muimbe okumutendereza.
7 Kubanga Katonda ye Kabaka wensi zona:
Muimbe okumutendereza namagezi.
8 Katonda afuga amawanga:
Katonda atula ku ntebeye entukuvu.
9 Abalangira abamawanga bakung'anye
(Okubera) abantu ba Katonda wa Ibulaimu:
Kubanga engabo ezensi za Katonda;
Agulumizibwa nyo.

48

Oluimba; zabuli ya batabani ba Kola.

1 MUKAMA mukulu, agwanira okutenderezebwa enyo,
Mu kibuga kya Katonda wafe, ku lusozirwe olutukuvu,
2 Olusozi Sayuni lulungi mu kugulumira kwalwo,

Lye sanyu eryensi yona, ku njuwi ezobukika obwa kono,
Ekibuga kya kabaka omukulu.
Katonda yetegezeza mu mayumba gakyo nga kye 3
kidukiro.
Kubanga, laba, bakabaka bakung'ana, 4
Nebaitamu wamu.
Nebakiraba, nebalyoka bewunya ; 5
Nebatya, nebanguwa okugenda.
Ensisi nebakwatira omwo ; 6
Nokulumwa, ngomukazi aza'a.
Omuyaga oguva ebuvanjuba 7
Ogumenyesa amato Agetalasisi.
Nga bwetwawulira, bwetwalaba bwetutyo 8
Mu kibuga kya Mukama wegye, mu kibuga kya Katonda wafe :
Katonda alikinyuweza emirembe gyona. [Sela
Twajukirira ekisakyo, ai Katonda, 9
Wakati mu yekaluyo.
Ngerinyalyo bweriri, ai Katonda, 10
Etendolyo bweriri bwerityo okutusa enkomerero yensi :
Omukonogwo ogwadyo gujude obutukirivu.
Olusozi Sayuni lusanyuke, 11
Abawala ba Yuda bajaguze,
Olwemisangogyo.
Mutambule okwetolola Sayuni, mukibunye : 12
Mubale ebigo byakyo.
Mwekalirize enkomera zakyo, 13
Mulowoze amayumba gakyo ;
Mulyoke mugibibulire emirembe egigenda okuja.
Kubanga Katonda oyo ye Katonda wafe emirembe 14
nemirembe :
Yalibera omusale wafe okutusa ku kufa.

49

Ya mukulu wabaimbi ; zabuli ya batabani ba Kola.

1 KINO mukiwulire, mwe amawanga gona ;
Mutege okutu, mwe mwena abali munsi :
2 Abakopi era nabakulu,
Abagaga nabavu awamu.
3 Akamwa kange kanayogera amagezi ;
Nomutima gwange gunalowoza ebyokumanya.
4 Okutu kwange nakutegera olugero :
Nabikula ekigambo kyange ekizibu nenanga.
5 Lwaki nze okutya mu naku ezakabi,
Obutali butukirivu bwebunetolola ku bisinziro byange ?
6 Abesiga obugaga bwabwe,
Nebenyumiriza olwebintu byabwe ebingi ;
7 Mwabo siwali ainza okununula mugandawe na katono,
Newakubade okumuwa Katonda omuwendogwe :
8 [Kubanga ekinunulo ekyememe yabwe kizibu,
Era ekigwanira okulekebwa emirembe gyona :]
9 Alyoke awangale enaku zona,
Aleme okulaba okuvunda,
10 Kubanga alaba ngabamagezi bafa,
Atamanyi nomusirusiru bazikirira wamu,
Nobugaga bwabwe nebabulekera abalala.
11 Balowoza munda ngenyumba zabwe za naku zona,
Ebifo byabwe bya mirembe gyona ;
Batuma ensi zabwe amanya gabwe bo.
12 Naye omuntu taberera mu kitibwa :
Ali ngensolo ezizikirira.
13 Ekubo lyabwe eryo bwe busirusiru bwabwe :
Naye abantu ababadirira basima ebigambo byabwe : [Sela
14 Batekerwawo magombe ngekisibo ;
Okufa kulibera omusumba wabwe :
Abamazima balibafuga obude bwebulikya ;

Nobulungi bwabwe buliba obwemagombe, okubulya, buleme okubera nekifo ekyokutulamu.
Naye Katonda alinunula ememe yange mu manyi agemagombe :
Kubanga yalinzikiriza. [Sela
Totyanga gwe omuntu bwagagawala,
Ekitibwa ekyenyumbaye bwekyeyongera :
Kubanga bwalifa talitwala kintu naye :
Ekitibwakye tekirika kumugoberera :
Newakubade nga yaita ememeye eyomukisa bweyali ngakyali mulamu,
Era abantu bakutendereza bwewekolera weka obulungi,
Alika mu mirembe gya bajajabe ;
Tebaliraba musana nate.
Omuntu alina ekitibwa natategera,
Ali ngensolo ezizikirira.

50

Zabuli ya Asafu.

Katonda, Katonda, Mukama, ayogede,
Naita ensi okuva mu buvanjuba okutuka mu bugwanjuba.
Okuva mu Sayuni, obulungi obutukiride,
Katonda amasamasi'za.
Katonda wafe alija, so talisirika :
Omuliro gulirya mu masoge,
Omuyaga omungi gulimwetolola.
Alikowola egulu wagulu,
Nensi, alyoke asalire abantube omusango :
Mukung'anye abatukuvu bange awamu wendi ;
Abālagana nange endagano nesadaka.
Negulu liribulira obutukirivubwe ;
Kubanga Katonda ye mulamuzi ye nyini. [Sela
Muwulire, abantu bange, nange nayogera ;
Gwe Isiraeri, nange nakutegeza ;
Nze Katonda, Katondawo.

8 Sikunenye lwa sadakazo ;
Nebyokebwabyo biri mu maso gange bulijo.
9 Sirigya sedume mu nyumbayo.
Newakubade embuzi enume mu bisibobyo.
10 Kubanga buli nsolo eyomukibira yange,
Nente ezokunsozi lukumi.
11 Enyonyi zona ezokunsozi nzimanyi :
Nensolo ezomunsiko zange.
12 Singa numwa enjala, sandikubulide :
Kubanga ensi yange, nokujula kwayo.
13 Nze ndirya enyama eya sedume,
Oba ndinywa omusai gwembuzi ?
14 Omuwenga Katonda sadaka eyokwebaza ;
Omusasulenga obweyamobwo ali wagulu enyo :
15 Era onkowolenga ku lunaku olwokulaba enaku ;
Ndikuwonya, nawe olingulumiza nze.
16 Naye omubi Katonda amugamba nti
Ofayo ki okubulira amateka gange,
Noingiza endagano yange mu kamwako ?
17 Kubanga okyawa okuigirizibwa,
Nebigambo byange obisula enyumawo.
18 Bwewalaba omu'bi walagana naye,
Era wasekimu nabenzi.
19 Owayo akamwako eri obubi,
Nolulimirwo lukola ebyokulimba.
20 Otula ngovuma mugandawo ;
Era owairiza omwana wa nyoko.
21 Ebyo wabikola, nange nensirika ;
Nolowoza nga nenkanankanira dala nawe :
(Naye) ndikunenya, nembiteka mu masogo.
22 Kale mulowoze kino, mwe aberabira Katonda,
Neme okubatagulatagula, okubulawo alibawonya:
23 Buli ampa sadaka eyokwebaza angulumiza ;
Naye alongosa (obulungi) ekubolye
Ndimulaga obulokozi bwa Katonda.

51

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi: Nasani nabi bweyaja gyali, bweyali ngamaze okuingira eri Basiseba.

Onsasire, ai Katonda, mu kisakyo ; 1
Mu bungi obwokusasirakwo sangula ebyonono byange byona.
Onalize dala mu bubi bwange, 2
Onongose mu kwonona kwange.
Kubanga njatula ebyonono byange ; 3
Nekibi kyange kiri mu maso gange bulijo.
Gwe, gwe weka, gwenayonona, 4
Nenkola ekibi mu masogo :
Obere omutukirivu bwoyogera,
Osinge omusango bwosala.
Laba, nze natondebwa mu bubi ; 5
Ne mu kwonona mange mweyanzalira.
Laba, gwoyagala ebyomunda bya mazima ; 6
Era mu mwoyo omutalabika ono'manyisa amagezi.
Ontukuze nezobu, nange naba mulungi : 7
Onaze, nange naba mutukuvu okusinga omuzira.
Ompulize esanyu nokwesima ; 8
Amagumba gewamenya gasanyuke.
Okise amasogo mu bibi byange, 9
Osangule ebyonono byange byona.
Ontondemu omutima omulongofu, ai Katonda ; 10
Onzi'zemu omwoyo omulungi munda yange.
Tongoba woli ; 11
So tonziyako omwoyogwo omutukuvu.
Onkomezewo esanyu eryobulokozibwo : 12
Onyuweze nomwoyo ogwedembe.
Nendyoka njigiriza amakubogo abononyi ; 13
Nabalina ebibi balikyuka gyoli.
Omponye mu musango gwomusai, ai Katonda, gwe 14
Katonda owobulokozi bwange ;
Olulimi lwange luliimba nyo obutukirivubwo.

15 Ai Mukama, yasamya emimwa gyange ;
Nakamwa kange kalyolesa etendolyo.
16 Kubanga tosanyukira sadaka ; nakukuwade :
Ebiwebwayo ebyokebwa tebikuwomera.
17 Sadaka za Katonda ye meme emenyese :
Omutima ogumenyese era ogubonerede, ai Katonda, toligugaya.
18 Okole bulungi Sayuni, nga bwoyagala :
Okolere Yerusalemi bugwe.
19 Nolyoka osanyukira sadaka ezobutukirivu, ebyokwokya nebyokwokya ebiramba :
Nebalyoka bawayo ente ku kyotokyo.

52

Ya mukulu wabaimbi. Masikiri ya Daudi : Doega Omwedomu bweyaja nabulira Saulo : namugamba nti Daudi aze mu nyumba ya Akimereka.

1 Lwaki okwenyumiriza mu tima, gwe omuzira ?
Okusasira kwa Katonda kwa luberera.
2 Olulimirwo lutesa ebyobubi obwerere ;
Ngakamwano akobwogi, lukola nobulimba.
3 Oyagala ebibi okusinga ebirungi,
Nokulimba okusinga okwatula amazima. [Sera
4 Oyagala ebigambo byona ebiruma,
Gwe olulimi olwobulimba.
5 Era ne Katonda bwatyo alikuzikiriza emirembe gyona,
Alikusitula, alikukwakula, alikugya mu wemayo,
Alikusigula okuva munsi eyabalamu. [Sera
6 Era nabatukirivu baliraba, balitya,
Balimusekerera, nga bogera nti
7 Laba, ye wuyo atafula Katonda amanyige ;
Naye neyesiga obugagabwe obungi,
Neyenyuweza mu bubibwe.
8 Naye nze nfanana ngomuzeituni oguloka enyo mu nyumba ya Katonda :

Nesiga okusasira kwa Katonda emirembe nemirembe.
Ndikwebaza enaku zona, kubanga gwe wakola 9
bwotyo :
Era ndirindirira erinyalyo, kubanga dungi, mu
maso gabatukuvubo.

53

Ya mukulu wabaimbi ; eyekimakalasi. Masikiri ya Daudi.

OMUSIRUSIRU ayogede mu mutimagwe nti Tewali 1
Katonda.
Bavunze, bakoze obubi obwomuzizo ;
Tewali akola bulungi.
Katonda yatunula ku bana babantu ngaima mu 2
gulu,
Alabe nga waliwo abategera,
Abanonya Katonda.
Buli muntu mwabo a'ze enyuma ; bona bagwagwa- 3
wade wamu ;
Tewali akola bulungi, tewali nomu.
Abakola obubi tebalina magezi ? 4
Abalya abantu bange, nga bwebalya emere,
Nebatakabira Katonda.
Awatali kya kutya webatira enyo : 5
Kubanga Katonda asasanyi'za amagumba goyo
akukolako olusisira ;
Obakwasi'za ensonyi, kubanga Katonda yabagoba.
Singa obulokovu bwa Isiraeri (bulabise) nga 6
buvude mu Sayuni !
Katonda bwalikomyawo abantube abanyagibwa,
Yakobo nalyoka asanyuka, Isiraeri alijaguza.

54

Ya mukulu wabaimbi ; eyebintu ebyengoye. Masikiri ya Daudi : Abazifu bwebaja nebagamba Saulo nti Daudi teye-kwekede ewafe ?

NDOKOLA, ai Katonda, nerinyalyo, 1

Onsalire omusango mu manyigo.
2 Wulira okusaba kwange, ai Katonda ;
Otege okutu eri ebigambo ebyakamwa kange.
3 Kubanga banagwanga bangolokokedeko,
Nabekyejo banonye'za ememe yange :
Tebatese Katonda mu maso gabwe. [Sela
4 Laba, Katonda ye mubezi wange :
Mukama ali wamu nabo abanyuweza ememe yange.
5 Aliwalana obubi obwo ku balabe bange :
Obazikirize mu mazimago.
6 Sadaka eyomwoyo ogwedembe gyendikuwa gwe :
Ndyebaza erinyalyo, ai Mukama, kubanga dungi.
7 Kubanga anziye mu kweralikirira kwona ;
Neriso lyange lirabye (ebyenjagala nga bituse) ku balabe bange.

55

Ya mukulu wabaimbi ; eyebintu ebyengo ye. Masikiri ya Daudi.

1 Tega okutu eri okusaba kwange, ai Katonda ;
So tewekweka (obutawulira) kwegairira kwange.
2 Mpulira, onziremu :
Okwemulugunya kwange kunteganya, nensinda ;
3 Olwedobozi lyomulabe,
Olwokujoga kwababi ;
Kubanga bansulako ebikolwa ebibi,
Era banjiganya mu busungu.
4 Omwoyo gunuma nyo munda yange :
Nentisa eyokufa engudeko.
5 Okutya nokukankana kuntuseko,
Nokwekanga kunumbye.
6 Nenjogera nti Singa mbade nebiwawatiro ng'njiba !
Nandibuse, neng'enda, nempumula.
7 Laba, nandikyamide wala,
Nandisuze mu lukola. [Sela

Nandyanguye okuduka mu kidukiro 8
Okuva mu muyaga nempewo enyingi.
Bazikirize, ai Mukama, oyawule enimi zabwe : 9
Kubanga ndabye etima nokuyomba mu kibuga.
Emisana nekiro batambulatambula ku bugwe 10
wakyo :
Era obubi netima biri wakati mukyo.
Okwonona kuli wakati mukyo : 11
Okujoga nobukusa tebiva mu ngudo zakyo.
Kubanga omulabe siye yanvuma ; 12
Nandiinzi'za okugumikiriza :
So si oyo eyankyawa eyanegulumirizako ;
Nandyekwese mu masoge :
Wabula gwe, muntu munange, 13
Eyatambula nange, mukwano gwange gwenama-
nyira enyo.
Twatesanga ebigambo nesanyu fembi, 14
Twatambulanga mu nyumba ya Katonda nekibina.
Okufa kubatukeko nga tebalowoza, 15
Bake mu kinya nga bakyali balamu :
Kubanga obubi buli mu nyumba yabwe, mubo
wakati.
Nze nakabiranga Katonda ; 16
Era Mukama anandokolanga.
Akawungezi nenkya ne mu tuntu nemulugunya- 17
nga nensindanga :
Naye anawuliranga edobozi lyange.
Yanunula ememe yange mu miremhe mu lutalo 18
olwali lugenda okunsinga :
Kubanga abali balwana nange bangi.
Katonda yaliwulira, alibadamu, 19
Yoyo aberera eda neda lyona, [Sela
(Alibadamu) abo abatalaba bigya,
Abatatya Katonda.
Yagolola emikonogye kwabo abali batabaganye 20
naye :
Yanyoma endaganoye.
Akamwake kali kagonvu ngomuzigo, 21

Naye omutimagwe kulwana :
Ebigambobye byagonda okusinga amafuta,
Naye byali bitala ebisowodwamu.
22 Guse omugugugwo ku Mukama, naye alikuwanirira :
Talibaganya abatukirivu okujulukuka enaku zona.
23 Naye gwe, ai Katonda, oliba'sa mu kinya ekyokuzikirira :
Abantu abagala omusai nabobulimba tebalimala kitundu kya naku zabwe ;
Naye nze ndyesiga gwe.

56

Ya mukulu wabaimbi ; eyekiyonaserenu-lekokimau. (Zabuli) ya Da di : Mikitamu : Abafirisiti bwebamukwatira mu Gasi.

1 Onsasire, ai Katonda ; kubanga abantu bagala okumira nze :
Bazibya obude nga balwana nga banjoga.
2 Abalabe bange bagala oku'mira obude okuziba :
Kubanga abalwana nange namalala bangi.
3 Buli bwenatyanga,
Nesiganga gwe.
4 Mu Katonda ndyebaza ekigambokye :
Katonda gwenesize, siritya ;
Abomubiri bainza kunkola ki ?
5 Bakyusa ebigambo byange okuzibya obude :
Ebirowozo byabwe byona bimbako olwobubi.
6 Bekung'anya, bekweka,
Bakebera ebisinde byange,
Nga bwebātega ememe yange.
7 Baliwona olwobutali butukirivu ?
Mu busungu sula amawanga, ai Katonda.
8 Gwobala okutambulatambula kwange :
Ogateke amaziga gange mu kasumbiko ;
Tegawandikibwa mu kitabokyo ?
9 Abalabe bange nebalyoka bada enyuma ku lunaku lwendikabiriramu :

Kino kyemanyi, nga Katonda ali kulwange.
Mu Katonda nditendereza ekigambokye : 10
Mu Mukama nditendereza ekigambokye.
Katonda gwenesize, siritya ; 11
Abantu bainza okunkola ki ?
Ebirairobyo biri kunze, ai Katonda : 12
Ndisasula sadaka ezokwebaza eri gwe.
Kubanga wawonya ememe yange okufa : 13
Tewawonya bigere byange okwesitala ?
Ndyoke ntambule mu maso ga Katonda
Mu musana ogwabantu abalamu.

57

Ya mukulu wabalabi ; eyekyalitasesi. (Zabuli) ya Daudi : Mikitamu : bweyaduka Saulo, mu mpuku.

Onsasire, ai Katonda, onsasire ; 1
Kubanga ememe yange yeyuna gwe :
Wewawo, mu kisikirize ekyebiwawatirobyo mwendyeyuna,
Okutusa ebibonobono ebyo lwebirigwawo.
Ndikowola Katonda ali wagulu enyo ; 2
Katonda ankolera (byona).
Alituma ngaima mu gulu, nandokola, 3
Oyo ayagala okumira nze bwavuma ; [Sela
Katonda alituma okusasirakwe namazimage.
Ememe yange eri mu mpologoma ; 4
Ngalamide mwabo abāka nomuliro,
Be bana babantu, amanyo gabwe ge mafumu nobusale,
Nolulimi lwabwe kye kitala ekyobwogi.
Bakugulumize, ai Katonda, okusinga egulu ; 5
Ekitibwakyo kibere kunsi zona.
Batekedetekede akatimba ebigere byange ; 6
Ememe yange ekutamye :
Bansimide obunya mu kubo lyange ;
Babugudemu wakati bo be nyini. [Sela

7 Omutima gwange gunyuwede, ai Katonda, omutima gwange gunyuwede :
Ndiimba, wewawo, ndiimba ebyokutendereza.
8 Zukuka, gwe ekitibwa kyange ; zukuka, entongoli nenanga :
Nze nzeka nazukuka enkya mu matulutulu.
9 Ndikwebaza gwe, ai Mukama, mu bantu :
Ndiimba ebyokukutendereza gwe mu mawanga.
10 Kubanga ekisakyo kingi, kituka mu gulu,
Namazimago gatuka mu banga.
11 Bakugulumize, ai Katonda, okusinga egulu ;
Ekitibwakyo kibere kunsi zona.

58

Ya mukulu wabaimbi ; eyekyalitasesi. (Zabuli) ya Daudi : Mi kitamu.

1 Okwogera mwogera ebyobutukirivu nga musirika ?
Musala omusango ogwamazima, mwe abana ba bantu ?
2 Naye mu mitima (gyamwe) mukola ebyobubi ;
Etima eryemikono gyamwe gwe musango gwemusala munsi.
3 Ababi bakyama okuva mu lubuto :
Bwebazalibwa, amangwago nebekolobya, nga bogera ebyobulimba.
4 Obusagwa bwabwe buli ngobusagwa obwomusota :
Bali nga salambwa eritawulira erizibikira amatu galyo ;
5 Eritawulira dobozi lya balozi,
Newakubade nga baloga namagezi mangi gatya.
6 Ai Katonda, omenye amanyo gabwe mu bumwa bwabwe :
Omenyere dala amasongezo gempologoma ento, ai Mukama.
7 Basanuke ngama'zi agakulukuta amangu :
Bwateba nobusalebwe, babe ngabazikirizibwa.

(Babe) ngekovu erisanuka erigwawo : 8
(Era) ngomwana omukazi gwatasa, atalabanga ku musana.
Entamu zamwe nga tezinabuguma namagwa, 9
Aligagyirawo dala nembuyaga, amabisi nago agaka gona.
Omutukirivu alisanyuka, bwaliraba okuwalana 10
okwo :
Alinaba ebigerebye mu musai gwababi.
Abantu nebalyoka bogera nti Mazima waliwo 11
empera omutukirivu gyaliwebwa :
Mazima waliwo Katonda asala omusango munsi.

59

Ya mukulu wabaimbi : eyekyalitasesi. (Zabuli) ya Daudi : Mikitamu : Saulo bweyatuma, nebalabirira enyumba okumu'ta.

Ondokole mu balabe bange, ai Katonda wange : 1
Ongulumize eri abo abangolokokerako.
Ondokole eri abo abakola obutali butukirivu, 2
Omponye eri abo abagala omusai.
Kubanga, laba, batega ememe yange ; 3
Abamānyi bakung'ana okunumba :
Si lwa kyonono kyange, so si lwa kibi kyange, ai Mukama.
Badukana, betekateka nga sikoze bubi : 4
Ozukuke ombere, olabe.
Gwe, ai Mukama Katonda owegye, Katonda wa 5
Isiraeri,
Ogolokoke obulirire amawanga gona :
Tosasiranga muntu yena omwonōnyi omubi. [Sera
Bakomawo akawungezi, bakaba ngembwa, 6
Betolola ekibuga.
Laba, bebajagala nakamwa kabwe ; 7
Ebitala biri mu mimwa gyabwe :
Kubanga (bogera nti) Ani awulira?
Naye gwe, Mukama, olibasekerera ; 8
Olidulira amawanga gona.

9 Ai amānyi gange, ndikulindirira gwe:
Kubanga Katonda kye kigo kyange ekiwanvu.
10 Katonda owokusasirwa kwange alinkulembera:
Katonda alindabya ebyenjagala (nga bituse) ku balabe bange.
11 Toba'ta, abantu bange baleme okwerabira:
Obasasanye namānyigo, obatowaze,
Ai Mukama engabo yafe.
12 Olwokwonona kwakamwa kabwe, olwebigambo byemiimwa gyabwe,
Bakwatibwe nga benyumiriza,
Era nolwokukolima nobulimba byebogera.
13 Obazikirize mu busungu, obazikirize, baleme okubawo nate:
Era bategere nga Katonda afugira mu Yakobo,
Okutuka ku nkomerero zensi. [Sela
14 Era akawungezi bakomewo, bakabe ngembwa,
Betolole ekibuga.
15 Balitambulatambula nga banonya emere,
Balikesa obude bwebatalikuta.
16 Naye nze ndiimba ku manyigo;
Wewawo, ndiimbira dala ku kusasirakwo enkya:
Kubanga wali kigo kyange ekiwanvu,
Nekidukiro ku lunaku olwokutegana kwange.
17 Gwe, ai amanyi gange, gwendiimbira okukutendereza:
Kubanga Katonda kye kigo kyange ekiwanvu,
Katonda wa kusasirwa kwange.

60

Ya mukulu wabaimbi; eyekisusani-edusi: Mikitamu ya Daudi, eyokuigiriza: bweyawakana ne Alamu-nakalaimu ne Alamu-zoba, Yoabu nakomawo, na'ta ku Edomu kakumi mwenkumiibiri mu Kiwonvu Ekyomunyo.

1 Ai Katonda, otusude, otumenyemenye;
Wasunguwala; otukomyewo, tukwegairide.
2 Wakankanya ensi; wagyasa:

Ozibe enjatika zayo ; kubanga eyuga.
Abantubo obalaze ebigambo ebizibu : 3
Otunywese'za omwenge ogwokutagata.
Obawade ebendera abo abakutya, 4
Eyolesebwe olwamazima. [Sera
Muganziwo alyoke awonyezebwe, 5
Lokola nomukonogwo ogwadyo, otudemu.
Katonda yayogera mu butukuvubwe ; nti Ndija- 6
guza :
Ndisala mu Sekemu, era ndigabagaba ekiwonvu
ekya Sukosi.
Gireada wange, era Manase wange ; 7
Eferaimu naye yakuma omutwe gwange ;
Yuda gwe mugo gwange ogwobwakabaka.
Moabu kye kyokunabiramu kyange ; 8
Edomu ndimukasukira engato yange :
Gwe Firisitiya, yogerera wagulu kulwange.
Ani alinyingiza mu kibuga ekyamanyi ? 9
Ani eyandeta mu Edomu ?
Totusude, ai Katonda ? 10
So totabala, ai Katonda, negye lyafe.
Otubere eri omulabe : 11
Kubanga okubera kwabantu tekulimu.
Katonda yalitukoza ebyobuzira : 12
Kubanga oyo yalirinyirira ku balabe bafe.

61

Ya mukulu wabaimbi ; eyekintu ekyengoye. (Zabuli) ya Daudi.

Owulire okukaba kwange, ai Katonda ; 1
Olowoze okusaba kwange.
Nga nyima ku nkomerero zensi nakukowolanga, 2
omutima gwange bwegunazirikanga :
Onung'amye eri ejinja erinsinga obugulumivu.
Kubanga wali kidukiro gyendi, 3
Ekigo ekyamanyi eri omulabe.
Nditula mu wemayo emirembe gyona : 4

Ndyeyuna ekisikirize ekyebiwawatirobyo. [Sela
5 Kubanga gwe, ai Katonda, owulide obweyamo bwange :
6 Ompade obusika bwabo abagala erinyalyo.
Olyongera ku naku ezobulamu bwa kabaka :
7 Emyakagye giriba ngemirembe emingi.
Aliberera mu maso ga Katonda enaku zona :
Kale tekateka ekisa namazima, biryoke bimuwonye.
8 Nendyoka nyimba okutendereza erinyalyo enaku zona,
Ntukirize buli lunaku obweyamo bwange.

62

Ya mukulu wabaimbi ; ngengeri bweri eya Yedusuni. Zaburi ya Daudi.

1 Ememe yange erindiririra Katonda yeka :
Oyo obulokozi bwange mwebuva.
2 Ye yeka lye jinja lyange era bwe bulokozi bwange :
Kye kigo kyange ekiwanvu ; sirisagasagana nyo.
3 Mulitusa wa okulumba omuntu,
Okumuta, mwe mwena,
Ngekisenge ekyewunzise, ngolukomera oluyuguma ?
4 Kino kyoka kyebatesa okumujeza mu bukulubwe;
Basanyukira ebyobulimba :
Bogera ebyomukisa nakamwa kabwe, naye bakolima munda. [Sela
5 Ememe yange, lindirira Katonda yeka ;
Kubanga oyo okusubira kwange mwekuva.
6 Ye yeka lye jinja lyange era bwe bulokozi bwange:
Oyo kye kigo kyange ekiwanvu : sirisagasagana.
7 Awali Katonda we wali obulokozi bwange nekitibwa kyange
Ejinja eryamānyi gange nekidukiro kyange biri mu Katonda.

Mumwesige ye mu biro byona, mwe abantu ; 8
Mufuke omutima gwamwe mu masoge :
Katonda kye kidukiro gyetuli. [Sela
Mazima abantu abatali ba kitibwa gwe muka, 9
nabo abekitibwa ekingi bwe bulimba :
(Bwebalitekebwa) mu kigero, baliimuka ;
Bombiriri omuka gubasinga okuzitowa.
Temwesiganga kujoga, 10
Temugobereranga ebitalimu mu kunyaga :
Obugaga bwebulyeyongera, temubusangako mwo-
yo.
Katonda yayogera omulundi gumu, 11
Mpulide bwentyo emirundi ebiri ;
Nga Katonda ye nanyini buinza :
Era gwe, ai Mukama, olina okusasira : 12
Kubanga omusasula buli muntu ngomulimugwe
(bweguli).

63

Zabuli ya Daudi, bweyali mu lukola lwa Yuda.

Ai Katonda, gwoli Katonda wange ; nakeranga 1
okukunonya :
Ememe yange erumwa enyonta eri gwe, omubiri
gwange gukwegomba gwe,
Munsi enkalu ekoyesa, omutali ma'zi.
Bwentyo bwenakutunulira mu watukuvu, 2
Okulaba obuinzabwo nekitibwakyo.
Kubanga ekisakyo kiwoma okusinga obulamu ; 3
Emimwa gyange girikutendereza.
Bwentyo bwenakwebazanga nga nkyali mulamu : 4
Naimusanga emikono gyange mu linyalyo.
Ememe yange erikusibwa nga nobusomyo nama- 5
savu ;
Nakamwa kange kanakutenderezanga nemimwa
egisanyuka ;
Bwenakujukiriranga ku kitanda kyange, 6
Bwenakulowolezanga mu bisisimuka ebyekiro.

7 Kubanga wabera mubezi wange,
Era mu kisikirize ekyebiwawatirobyo mwendisanyukira.
8 Ememe yange efuba okukugoberera :
Omukonogwo ogwadyo gumpanirira.
9 Naye abo abanonya ememe yange okugizikiriza,
Baligenda wansi wetaka.
10 Baliwebwayo eri amānyi agekitala :
Balibera mugabo gwa bibe.
11 Naye kabaka alisanyukira Katonda :
Buli amulaira ye alyenyumiriza ;
Kubanga akamwa kabo abogera ebyobulimba kalizibibwa.

64

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

1 Owulire edobozi lyange, ai Katonda, mu kwemulugunya kwange :
Okume obulamu bwange neme okutya omulabe.
2 Onkweke eri abakozi bobubi abatesa mu kyama ;
Neri okuyogana kwabo abakola ebitali bya butukirivu :
3 Abawagade olulimi lwabwe ngekitala,
Abatebye obusale bwabwe, bye bigambo ebyobukambwe :
4 Bamulasize oyo eyatukirira mu bifo ebyekyama :
Bamulasa nga talaba, nebatatya.
5 Bagumyagana emyoyo mu kutesa obubi ;
Batesa okutega emitego mu kyama ;
Bogera nti Anagiraba ani ?
6 Banonya ebitali bya butukirivu ; (bogera nti) Tumaze okunonyeza dala nga tufuba :
Nokulowoza okwomunda okwa buli muntu, nomutima gwabwe, biri ngobuziba.
7 Naye Katonda alibalasa ;
Balifumitibwa nakasale nga tebalowoza.

Bwebatyo bwebalyesitazibwa, olulimi lwabwe be nyini nga lubagwisa : 8
Bona abalibalaba balinyenya emitwe gyabwe.
Era abantu bona balitya ; 9
Nebatendera omulimu gwa Katonda,
Nebalowoza namagezi byeyakola.
Omutukirivu alisanyukira Mukama, era alimwesiga ; 10
Era bona abalina emitima egyamazima balyenyumiriza.

65

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli. Oluimba lwa Daudi.

Etendo likulindirira, ai Katonda, mu Sayuni : 1
Era gwe gwebanatukiririzanga obweyamo.
Ai gwe awulira okusaba, 2
Bona abalina omubiri balija gyoli.
Ebitali bya butukirivu binsinze : 3
Okwonona kwafe olikunaliza dala.
Alina omukisa oyo gwolonda, era gwosembeza gyoli, 4
Abere mu mpyazo :
Tulikusibwa obulungi obwenyumbayo,
Awatukuvu mu yekaluyo.
Nebigambo ebyentisa olitudamu mu butukirivu, 5
Ai Katonda owobulokozi bwafe ;
Gwe enkomerero zona ezensi gwezesiga,
Nabo abali ewala ku nyanja :
Oyo yanyuweza ensozi namānyige ; 6
Nga yesiba obuinza :
Asirisa okuwuma kwenyanja, 7
Okuwuma kwamayengo gayo,
Nokuyogana kwamawanga.
Era nabo abatula ku nkomerero zensi batya olwobubonerobwo : 8
Gwosanyusa emiryango gyenkya negyakawungezi.

9 Okyalira ensi, nogifukirira,
Ogigagawaza nyo;
Omuga gwa Katonda gujude ama'zi:
Obalabira eng'ano, ngomaze okulongosa ensi bwotyo.
10 Ofukirira ensalosalo zayo ama'zi amangi;
Olongosa ebibibi byayo:
Ogigonza noluwandagirize;
Okuwa omukisa okumera kwayo.
11 Oteka engule ku mwaka, bwe bulungibwo;
Namakubogo gatonyesa obugimu.
12 Gatonyesa mu malundiro agomulukola:
Nobusozi bwesiba esanyu.
13 Amalundiro gambala ebisibo;
Era nebiwonvu bibikidwa eng'ano:
Byogerera wagulu olwesanyu, era biimba.

66

Ya mukulu wabaimbi. Oluimba, zabuli.

1 LETA edobozi eryesanyu eri Katonda, ensi yona:
2 Imbira wagulu ekitibwa ekyerinyalye:
Gulumiza etendolye libe nekitibwa.
3 Gamba Katonda nti Emirimugyo nga gya ntisa!
Olwobuinzabwo obungi abalabebo balikujemukira.
4 Ensi yona erikusinza,
Erikuimbira gwe;
Baliimbira erinyalyo. [Sela
5 Muje mulabe emirimu gya Katonda;
Ye wentisa mu byakola eri abana babantu.
6 Enyanja yagifula olukalu:
Baita mu muga nebigere:
Awo wetwamusanyukirira.
7 Afuga namānyige emirembe gyona;
Amasoge gatunulira amawanga:
Abajemu baleme okwegulumiza. [Sela
8 Kale, mwe amawanga, mumwebaze Katonda wafe,

Muwulize edobozi erimutendereza:
Akwatirira ememe yafe obutafa, 9
Era ataganya bigere byafe okusagasagana.
Kubanga gwe, ai Katonda, watugeza: 10
Watukema nga bwebakema efeza.
Watuingiza mu kitimba; 11
Wateka omugugu omuzito ku biwato byafe.
Webagaza abantu okulinya ku mitwe gyafe; 12
Twaita mu muliro ne mu ma'zi;
Naye watugyamu notuingiza mu kifo ekyobugaga.
Naingira mu nyumbayo nebiwebwayo ebyokebwa, 13
Nakusasula obweyamo bwange,
Emimwa gyange bwegyayogera, 14
Nakamwa kange bwekayatula, bwenalaba enaku.
Nakuwa ebyokwokya ebya sava, 15
Nebyokwoteza ebyendiga eza sedume;
Nawayo ente nembuzi. [Sera
Muje muwulire, mwena abatya Katonda, 16
Nange nimbulira byeyakolera ememe yange.
Namukowola nakamwa kange, 17
Era yatenderezebwa nolulimi lwange.
Bwemba ndowoza obutali butukirivu mu mutima 18
gwange,
Mukama tawulire:
Naye mazima Katonda awulide; 19
Alowoze'za edobozi eryokusaba kwange.
Katonda yebazibwe, 20
Atagobye kusaba kwange, so (tanyimye) kusasirakwe.

67

Ya mukulu wabaimbi; eyebintu ebyengoye. Zabuli, oluimba.

KATONDA atusasire, atuwe omukisa, 1
Atwakize amasoge; [Sera
Ekubolyo limanyibwe munsi, 2
Obulamubwo obulokola (bumanyibwe) mu mawanga gona.

3 Abantu bakutendereze, ai Katonda;
Abantu bona bakutendereze.
4 Kale, amawanga gasanyuke gaimbe olwesanyu:
Kubanga olibasalira abantu emisango egyensonga,
Era olifugira amawanga munsi. [Sela
5 Abantu bakutendereze, ai Katonda;
Abantu bona bakutendereze.
6 Ensi erese ekyengera kyayo:
Katonda, ye Katonda wafe, alituwa omukisa.
7 Katonda alituwa omukisa;
Nenkomerero zona ezensi zirimutya.

68

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi, oluimba.

1 KATONDA agolokoke, abalabebe basasane;
Era nabo abamukyawa baduke mu masoge.
2 Ngomuka bwegugobebwa, obagobe bwotyo:
Ngenvumbo bwesanuka ku muliro,
Ababi bazikirire bwebatyo awali Katonda.
3 Naye abatukirivu basanyuke; bajaguze mu maso ga Katonda:
Wewawo, bajaguze nesanyu.
4 Mumuimbire Katonda, muimbe okutendereza erinyalye:
Mumukubire olugudo oyo eyebagalira mu nkola;
YA lye linyalye; era mujaguze mu masoge.
5 Kitabwe wabo abatalina bakitabwe, era asalira banamwandu omusango,
Katonda mu kifokye ekitukuvu kyatulamu.
6 Katonda abawa abawulu enyumba:
Abagya abasibe (mu komera) okulaba ebirungi:
Naye abajemu batula munsi ekaze.
7 Ai Katonda, bwewakulembera abantubo,
Bwewatambula mu lukola; [Sela
8 Ensi nekankana,
Egulu nerigwa mu maso ga Katonda:

(Olusozi) luli Sinai nerukankana mu maso ga Katonda, Katonda wa Isiraeri.
Gwe, ai Katonda, watonyesa enkuba nyingi, 9
Nonyuweza obusikabwo, bwebwali nga bukoye.
Ekibinakyo kyatula omwo: 10
Gwe, ai Katonda, watekeratekera abavu olwobulungibwo.
Mukama yawa ekigambo: 11
Abakazi ababulira ebigambo lye gye edene.
Bakabaka begye baduka, baduka: 12
Omukazi asigala eka yagaba omunyago.
Muligalamira mu bisibo byendiga, 13
Ngebiwawatiro byejiba ebibikibwako efeza,
Nebyoya byalyo ebiriko ezabu emyufu?
Omuinza webintu byona bweyasasanyiza omwo 14 bakabaka,
(Kyali nga) omuzira bwegutonya mu Zalamoni.
Olusozi Basani lwe lusozi lwa Katonda; 15
Olusozi Basani lwe lusozi oluwanvu.
Kiki ekibaluzimuza, mwe ensozi empanvu, 16
Olusozi Katonda lweyayagala okulutulako?
Wewawo, Mukama alirutulako emirembe gyona.
Amagali ga Mukama bwe bukumi obubiri, ze nku- 17 mi nenkumi:
Mukama ali mwago, nga ku Sinai, mu watukuvu.
Olinye wagulu, osibye obusibebwo; 18
Oweredwa ebirabo mu bantu,
Era ne mu bajemu, Mukama Katonda alyoke atule wamu nabo.
Mukama atenderezebwe, atusitulira omugugu gwafe 19 buli lunaku,
Ye Katonda, bwe bulokozi bwafe. [Sela
Katonda ye Katonda owokuwonyanga gyetuli; 20
Era Yakuwa Mukama ye nanyini kuwonya mu kufa.
Naye Katonda alifumita omutwe gwabalabebe, 21
Nobwezinge obuliko enviri obwa buli muntu anyikira oku'za omusango.

22 Mukama yayogera nti Ndikomyawo okuva mu Basani,
Ndibakomyawo okuva mu buziba bwenyanja:
23 Olyoke onyike ekigerekyo mu musai,
Olulimi lwembwazo lubere nomugabo gwalwo eri abalabebo.
24 Balabye bwotambula, ai Katonda,
Gwe Katonda wange, Kabaka wange, bwotambula ngoingira mu watukuvu.
25 Abaimbi bakulembele, abakubi benanga bagoberede,
Wakati mu bawala abakuba ebitasa.
26 Mwebaze Katonda mu bibina,
Ye Mukama, mwe abolu'zi lwa Isiraeri.
27 Waliwo Benyamini omuto abafuga,
(Waliwo) abalangira ba Yuda nabatesa nabo,
(Waliwo) abalangira ba Zebuluni, abalangira ba Nafutali.
28 Katondawo alagide amānyigo:
Onyuweze, ai Katonda, kyewatukolera.
29 Olweyekaluyo eri mu Yerusalemi
Bakabaka kyebanavanga bakuletera ebirabo.
30 Onenye ensolo eyomubitogo,
Ente enyingi eza sedume, nenyana ezamawanga,
Ngolinyirira ebitundu ebyefeza nebigerebyo;
Asasanyi'za amawanga agasanyukira entalo.
31 Abalangira baliva mu Misiri;
Kusi eryanguwa okugolola emikonogye eri Katonda.
32 Muimbire Katonda, mwe amatwale gensi;
Kale muimbe okutendereza Mukama; [Sela
33 Oyo eyebagala ku gulu (eriri wagulu) wegulu, eryabawo eda neda lyona;
Laba, ayogera nedobozirye, lye dobozi eryamānyi.
34 Mumuwe Katonda amānyi:
Obulungibwe bufuga Isiraeri,
Namānyige gali mu gulu.

Ai Katonda, oli wa nti:a ngoima mu bifobyo 35
ebitukuvu:
Katonda wa Isiraeri yabawa amānyi nobuinza
abantube.
Katonda yebazibwe.

69

Ya mukulu wabaimbi; eyekisosanimu. (Zabuli) ya Daudi.

NDOKOLA, ai Katonda; 1
Kubanga ama'zi gaingide negatuka ku meme
yange.
Nzibira mu bitosi ebiwanvu awatali kuimirira: 2
Ntuse mu buziba ama'zi amangi wegampitirako.
Okukaba kwange kunkoyese'za; obulago bwange 3
bukaze:
Amaso gange ganzibye nga nindirira Katonda
wange.
Abankyayira obwerere basinga enviri ezokumutwe 4
gwange obungi:
Abagala okunzikiriza, kubanga be balabe bange
awatali nsonga, l.a mānyi:
Nendyoka nzi'za kyesabagyako.
Ai Katonda, gwomanyi obusirusiru bwange: 5
Nokwonona kwange tekukisibwa gwe.
Abakulindirira gwe baleme okukwatibwa ensonyi 6
kulwange, ai Mukama Katonda owegye:
Abakunonya gwe baleme okuswazibwa kulwange,
ai Katonda wa Isiraeri.
Kubanga banvuma okunanga gwe; 7
Ensonyi zibise amaso gange.
Nfuse munagwanga eri baganda bange, 8
Era atali mumanye eri abana ba mange.
Kubanga obugya obwenyumbayo bundide; 9
Nebivume byabo abakuvuma gwe bingudeko.
Bwenakaba amaziga, ememe yange nesiba enjala, 10
Ekyo kye kyanvumya.
Bwenayambala ebibukutu, 11

Nembafukira olugero.
12 Abatula mu mulyango banjogerako,
Era ndi luimba lwa batamivu.
13 Naye nze, okusaba kwange kuli eri gwe, ai Mukama, mu kisera ekyokukirizamu :
Ai Katonda, mu kusasirakwo okungi,
Onziremu mu mazima agobulokozibwo.
14 Ondokole mu bitosi, neme okubira :
Ndokoke eri abo abankyawa ne mu ma'zi agedubi.
15 Ama'zi amangi galeme okumpangula,
Newakubade obuziba buleme oku'mira ;
Newakubade ekinya kireme okunzibira akamwa kakyo.
16 Onziremu, ai Mukama; kubanga ekisakyo kirungi :
Ngokusasirakwo bwekuli okungi, onkyukire.
17 So tomukisa amasogo omuduwo ;
Kubanga ndi mu naku ; oyanguwe okunziramu.
18 Osemberere ememe yange, oginunule :
Ompe edembe olwabalabe bange.
19 Gwomanyi bwenvumibwa, bwenkwatibwa ensonyi, bwenyomebwa :
Abalabe bange bona bali mu masogo.
20 Okuvumibwa kumenye omutima gwange ; era njijude enaku :
Nonye'za anansasira, naye tewabade nomu ;
Era abanansanyusa, naye nesiraba.
21 Era bampa akalulwe okuba emere yange ;
Era bwenalumibwa enyonta nebanywesa omwenge omukatufu.
22 Ediro lyabwe eriri mu maso gabwe libere ekyambika gyebali ;
Era bwebaba mu mirembe, (gifuke) omutego.
23 Amaso gabwe gabe mu kizikiza, baleme okulaba;
Okankanye ebiwato byabwe enaku zona.
24 Obafukeko ekiruwikyo,
Nobusungubwo obukambwe bubatukeko.

Enyumba yabwe erekebwe, 25
So omuntu yena aleme okubera mu wema zabwe.
Kubanga baiganya oyo gwokubye ; 26
Era bogera ku naku zabo bofumise.
Oyongere obubi ku bubi bwabwe : 27
So baleme okuingira mu butukirivubwo.
Basangulibwe okuva mu kitabo kyobulamu, 28
So baleme okuwandikibwa awamu nabatukirivu.
Naye nze ndi mwavu, munaku : 29
Obulokozibwo, ai Katonda, bungulumize wagulu.
Nditendereza erinya lya Katonda noluimba, 30
Ndimugulumiza nokwebaza.
Era ebyo birisanyusa Mukama okusinga ente, 31
Ente erina amayembe nebinulo.
Abawombefu bakirabye nebasanyuka : 32
Mwe abanonya Katonda, omutima gwamwe gube omulamu.
Kubanga Mukama awulira abavu, 33
So tanyoma basibebe.
Egulu nensi bimutendereze, 34
Enyanja ne byona ebigitambuliramu.
Kubanga Katonda alirokola Sayuni, era alizimba 35 ebibuga bya Yuda ;
Nabo balitula omwo, nebagirya.
Era nezade lyabadube baligisikira ; 36
Nabo abagala erinyalye balitula omwo.

70

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi ; eyokujukiza.

(Oyanguwe), ai Katonda, okundokola ; 1
Oyanguwe okumbera, ai Mukama.
Bakwatibwe ensonyi baswale 2
Abanonya ememe yange :
Ba'zibwe enyuma bajezebwe
Abasanyukira okufirwa kwange.
Ba'zibwe enyuma olwensonyi zabwe 3

Abogera nti Nyenya, nyenya.
4 Bona abakunonya bakusanyukire bajaguze ;
Nabo abagala obulokozibwo bogere bulijo nti
Katonda agulumizibwe.
5 Naye nze ndi mwavu, sirina kintu ;
Oyanguwe okuja gyendi, ai Katonda :
Gwoli mubezi wange era omulokozi wange ;
Ai Mukama, tolwawo.

71

1 Gwe, ai Mukama, gwenesiga :
Neme okukwatibwa ensonyi enaku zona.
2 Ondokole mu butukirivubwo, omponye :
Ontegere okutu, ondokole.
3 Obere gyendi olwazi olwokutulako, wenainzanga
okweyuna bulijo :
Walagira okundokola ;
Kubanga gwoli lwazi lwange era ekigo kyange.
4 Omponye, ai Katonda wange, mu mukono gwo-
mubi,
Mu mukono gwomuntu atali mutukirivu, omu-
kambwe.
5 Kubanga gwoli subi lyange, ai Mukama Katonda:
Gwe gwenesiga okuva mu buto bwange.
6 Gwe wampanirira okuva mu lubuto :
Gwe wanziya mu byenda bya mange :
Gwe gwenatenderezanga enaku zona.
7 Ninga ekitalo eri abantu abangi ;
Naye gwoli kidukiro kyange ekyamānyi.
8 Akamwa kange kanajulanga etendolyo,
Nekitibwakyo okuzibya obude.
9 Tonsula mu biro ebyobukade ;
Tondeka amānyi gange bwegalimbula.
10 Kubanga abalabe bange banjogerako ;
Nabo abategā ememe yange batesa wamu,
11 Nga bogera nti Katonda amulese :

Mugoberere mumukwate; kubanga tewali ana-
muwonya.
Ai Katonda, tombera wala: 12
Ai Katonda wange, yanguwa okumbera.
Bakwatibwe ensonyi bazikirire abakyawa ememe 13
yange;
Baswazibwe banyomebwe abagala okunkola obubi.
Naye ndisubira enaku zona, 14
Era nayongeranga okukutendereza bulijo.
Akamwa kange kalitendera obutukirivubwo, 15
Nobulokozibwo okuzibya obude;
Kubanga omuwendo (gwabyo) sigumanyi.
Ndija nebikolwa ebyamānyi ebya Mukama Ka- 16
tonda:
Ndyogera ku butukirivubwo, ku bubwo bwoka.
Ai Katonda, gwe wanjigiriza okuva mu buto 17
bwange;
Era okutusa lero nabuliranga ebikolwabyo ebye-
kitalo.
Wewawo, bwendiba nkadiye era nga 'meze envi, 18
ai Katonda, tondekanga;
Okutusa lwendibulira amānyigo emirembe egija
okubawo,
Nobuinzabwo buli muntu agenda okuja.
Era nobutukirivubwo, ai Katonda, bugulumivu 19
nyo:
Gweyakola ebikulu,
Ai Katonda, afanana nga gwe ani?
Gweyatulaga ebibonobono ebingi ebizibu, 20
Olituzukiza nate,
Era olitulinyisa nate okuva mu bya wansi
byensi.
Oyongere gwe obukulu bwange, 21
Okyuke nate onsanyuse.
Era ndikutendereza nendere, 22
Amazimago genditendereza, ai Katonda wange:
Gwe gwenditendereza nga nyimba mu nanga,
Ai gwe omutukuvu wa Isiraeri.

23 Emimwa gyange girisanyuka nyo bwendiimba okukutendereza ;
Nememe yange gyewanununla.
24 Era nolulimi lwange lulyogera ku butukirivubwo okuzibya obude :
Kubanga bakwatidwa ensonyi, baswazibwa abagala okunkola obubi.

72

(Zabuli) ya Sulemani.

1 Omuwe kabaka emisangogyo, ai Katonda,
Era omuwe obutukirivubwo omwana wa kabaka.
2 Alisalira abantubo emisango egyobutukirivu,
Nabavubo egyensonga.
3 Ensozi ziriretera abantu emirembe,
Nobusozi, mu butukirivu.
4 Alibasalira omusango abavu abomubantu,
Alirokola abana babo abatalina bintu,
Era alimenyamenya omujozi.
5 Balikutya ngenjuba ekyaliwo,
Era ngomwezi (gukyayaka), emirembe gyona.
6 Alika ngenkuba bwetonya ku subi erisalidwa:
Ngempandagirize ezifukirira ensi.
7 Mu nakuze abatukirivu baliraba omukisa,
Era (walibawo) emirembe emingi, okutusa omwezi lweguligwawo.
8 Era alifuga okuva ku nyanja okutuka ku nyanja,
Era okuva ku Muga okutuka ku nkomerero zensi.
9 Abatula mu lukola balimufukamirira ;
Nabalabebe balikomba enfufu.
10 Bakabaka Betalasisi Nabokubizinga balireta ebirabo :
Bakabaka Besyeba Nabeseba baliwayo ebitone.
11 Wewawo, bakabaka bona balivunama mu masoge:
Amawanga gona galimuwereza.
12 Kubanga anawonyanga omunafu bwanakabanga;

Nomwavu atalina mubezi.
Alisasira omwavu nomunafu,
Nememe zabanafu alizirokola.
Alinunula ememe zabwe mu kujogebwa netima ; 14
Nomusai gwabwe guliba gwa muwendo mungi mu masoge :
Era baliba balamu ; naye aliwebwa ku zabu 15
Eyesyeba :
Era abantu balimusabira bulijo ;
Balimwebaza okuzibya obude.
Walibawo emere enkalu nyingi munsi ku ntiko 16
yensozi ;
Ebibala byayo biriyuga nga Lebanoni :
Nabekibuga balimera ngomudo ogwokunsi.
Erinyalye liriberera emirembe gyona ; 17
Erinyalye lirirwawo ngenjuba:
Nabantu baliraba omukisa muye ;
Amawanga gona galimuita wa mukisa.
Yebazibwe Mukama Katonda, Katonda wa Isi- 18
raeri,
Akola ebyamagero yeka :
Nerinyalye eryekitibwa lyebazibwe emirembe 19
gyona ;
Era ensi zona zijuzibwe ekitibwakye.
Amina, era Amina.

Okusaba kwa Daudi mutabani wa Yese kuwede. 20

73

Zabuli ya Asafu.

Mazima Katonda wa kisa eri Isiraeri, 1
Eri abo abalina emitima emirongofu.
Naye nze, ebigere byange byali kumpi nokugwa; 2
Okutambula kwange kwabulako katono kuserere.
Kubanga abamalala bankwasa obugya, 3
Bwenalaba ababi bwebalina omukisa.
Kubanga bwebafa nebatalumwangako : 4
Naye amānyi gabwe ganyuwera.

5 Tebalaba naku ngabantu (abalala) ;
So tebabonyabonyezebwa ngabantu (abalala).
6 Amalala kyegava gabera ngakajegere aketolola obulago bwabwe ;
Etima libabika ngekyambalo.
7 Amaso gabwe gabakanuse olwobugevu :
Balina ebingi okukira omutima byeguinza okwagala.
8 Badula nebogera ebyokujoga mu bubi :
Bogera ebikulu.
9 Omumwa gwabwe bagutade mu gulu,
Nolulimi lwabwe lutambulatambula munsi.
10 Abantube kyebava bakomawo wano :
Nama'zi agomundeku ejude nebagamalirawo dala.
11 Era bogera nti Katonda amanya atya ?
Era okumanya kuli mwoyo ali wagulu enyo ?
12 Laba, abo be babi ;
Era beyongera mu bugaga nga balina emirembe enaku zona.
13 Mazima nongosere'za bwerere omutima gwange,
Nenaba mu ngalo zange nobutayonona ;
14 Kubanga nabonyabonyezebwa okuzibya obude,
Nenkangavulwa buli nkya.
15 Singa nayogera nti Kanjogere bwentyo ;
Laba, nandikusi'za emirembe gyabanabo.
16 Bwenalowoza bwenyinza okutegera ekyo,
Kyanteganya nekinema ;
17 Okutusa lwenagenda mu watukuvu wa Katonda,
Nendowoza ebibatukako ku nkomerero.
18 Mazima obateka mu bifo ebyobuserezi :
Obasulira dala nebazikirira.
19 Nga bafuse ekifulukwa mu kasera akatono !
Entisa zibamalirawo dala.
20 Ngekiroto bwekiri (alose) ngakukuse ;
Era bwotyo nawe, ai Mukama, bwolizukuka, olinyoma ekifananyi kyabwe.
21 Kubanga omutima gwange gwanuma,
Nememe yange yanfumita :

Bwenali ngensolo bwentyo nesitegera ; 22
Nali nsolo mu masogo.
Naye ndi wamu nawe enaku zona : 23
Onkute omukono gwange ogwadyo.
Olinung'amya namagezigo, 24
Era oluvanyuma olinzikiriza (okuingira) mu kitibwa.
Ani gwenina mu gulu (wabula gwe) ? 25
Si siwali munsi gwenjagala wabula gwe.
Omubiri gwange nomutima gwange bimpwako : 26
(Naye) Katonda ge mānyi gomutima gwange nomugabo gwange emirembe gyona.
Kubanga, laba, abakuli ewala balizikirira : 27
Wabafafaganya bona abagenda okwenda okukuleka.
Naye kirungi nze nsemberere Katonda : 28
Mukama Katonda mufude ekidukiro kyange,
Ndyoke njogere ku bikolwabyo byona.

74

Masikiri ya Asafu.

Ai Katonda, kiki ekyatusuza enaku zona ? 1
Kiki ekinyosa obusungubwo eri endiga ezetaleryo ?
Ojukire ekibinakyo kyewagula eda, 2
Kyewanunula okuba ekika ekyobusikabwo ;
Nolusozi Sayuni, lwewatulamu.
Oimuse ebigerebyo (ogende) mu bifulukwa ebita- 3
vawo,
Obubi bwona omulabe bweyakola mu watukuvu.
Abalabebo bawulugumye wakati mu kibinakyo ; 4
Basimbye ebendera zabwe okuba obubonero.
Bafananye ngabantu abaimusa 5
Emba'zi okutema ekisaka ekyomukibira.
Ne kakano bamenyamenya emirimu gyawo gyona 6
emyole
Nemba'zi nenyondo.
Boke'za omuliro awatukuvuwo ; 7

Banyomye enyumba eyerinyalyo nebagisula wansi.
8 Bogede mu mitima gyabwe nti Tubazikiririze dala bona bona :
Bokere'za dala amakung'aniro gona aga Katonda munsi.
9 Tetukyalaba bubonero bwafe ;
Tewakyali nabi nomu ;
So temuli nomu mufe ategera ebyo gyebirituse okubawo.
10 Ai Katonda, omulabe alitusa wa okuvuma ?
Akukyawa alivola erinyalyo emirembe gyona ?
11 Kiki ekikudiriza omukono omukonogwo ogwadyo ?
(Ogugwe) mu kifubakyo obazikirize.
12 Naye Katonda ye Kabaka wange eda neda lyona,
Aleta obulokozi wakati munsi.
13 Wayawula enyanja namānyigo :
Wamenya emitwe gyensolo mu ma'zi.
14 Wamenyamenya emitwe gya lukwata,
Wamuwa okuba emere yabo abatula mu lukola.
15 Wasalamu ensulo nomuka :
Wakaza emiga eminene.
16 Emisana gigyo, era nekiro kikyo :
Wakola omusana nenjuba.
17 Watekawo ensalo zona ezensi :
Wakola ekyeya ne dumbi.
18 Ojukire kino ngabalabe bavumye, ai Mukama,
Era ngegwanga esirusiru libogolede erinyalyo.
19 Nkwegairide, towayo ememe yejibalyo eri ensolo :
Tewerabira bulamu obwabavubo enaku zona.
20 Ojukire endagano :
Kubanga ebifo ebyenzikiza ebyensi bijude enyumba ezetima.
21 Ajogebwa aleme okuda ngakwatidwa ensonyi, nkwegairide :
Abavu nabanafu batendereze erinyalyo.

Golokoka, ai Katonda, wewolereze ensongayo : 22
Ojukire omusirusiru bwazibya obude okukuvuma.
Tewerabira dobozi lya balabebo : 23
Oluyogano lwabo abakugolokokerako lulinya bulijo.

75

Ya mukulu wabaimbi ; eyekyalitasesi. Zabuli ya Asafu, oluimba.

Tukwebaza, ai Katonda ; 1
Twebaza kubanga erinyalyo kumpi :
Abantu bogera ku bikolwabyo ebyekitalo.
Bwendiraba ebiro ebyatekebwawo, 2
Ndisala emisango egyensonga.
Ensi nabantu bona abagitulamu biwedewo : 3
Nze nsimbye empagi zayo. [Sera
Nabagamba abekyejo nti Temugiranga kyejo : 4
Nababi nti Temuimusanga jembe :
Temuimusanga wagulu jembe lyamwe ; 5
Temwogeranga nensingo enkakanyavu.
Kubanga okugulumizibwa tekuva ebuvanjuba, 6
Newakubade ebugwanjuba, newakubade obukika obwa kono.
Naye Katonda ye mulamuzi : 7
Atowaza oyo, noyo amugulumiza.
Kubanga mu mukono gwa Mukama endeku mweri, 8
nomwenge (gwamu) guliko ejovu ;
Ejude ogutabudwamu, nagifuka ;
Mazima ebonda lyagwo ababi bona abensi balirikotamira, balirinywa.
Naye nze ndibulira emirembe gyona, 9
Ndiimba okutendereza Katonda wa Yakobo.
Era namayembe gona agababi ndigazikiriza ; 10
Naye amayembe gabatukirivu galigulumizibwa.

76

Ya mukulu wabaimbi ; eyebintu ebyengoye. Zabuli ya Asafu, oluimba.

1 Mu Yuda Katonda amanyibwa :
Erinyalye kulu mu Isiraeri.
2 Era mu Salemi ewemaye mweri,
Nekifokye kyatulamu mu Sayuni.
3 Eyo gyeyamenyera obusale obwomutego,
Engabo, nekitala, nolutalo. [Sera
4 Oli wa kitibwa, osinga, okuva ku nsozi ezomunyago.
5 Abemitima emizira banyagidwa, bebase mu tulo twabwe ;
So mu bantu abamānyi temuli abalabye emikono gyabwe.
6 Gwonenye'za, gwe Katonda wa Yakobo,
Egali era nembalasi nebyebasibwa otulo otwokufa.
Gwe, gwogwanira okutibwa :
7 Era ani ainza okuimirira mu masogo ngomaze okusunguwala ?
8 Wawuliza omusango nga guvude mu gulu ;
Ensi netya, nesirika,
9 Katonda bweyagolokoka okusala omusango,
Okulokola abawombefu bona abali munsi. [Sera
10 Mazima obusungu bwabantu bulikutendereza :
Obusungu obulisigalawo olibwesiba.
11 Mweyame obweyamo, musasule Mukama Katonda wamwe :
Bona abamwetolode baletere ebirabo oyo agwanira okutībwa.
12 Alizikiriza omwoyo gwabalangira :
Ye wentisa eri bakabaka bensi.

77

Ya mukulu wabaimbi ; ngengeri bweri eya Yedusuni. Zabuli ya Asafu.

1 Ndikabira Katonda nedobozi lyange ;

Eri Katonda nedobozi lyange, naye alimpulira.
Ku lunaku olwokunakuwala kwange nanonya 2
Mukama;
Omukono gwange negugololebwa ekiro negutadirira;
Ememe yange negana okusanyusibwa.
Njijukira Katonda, neneralikirira: 3
Nemulugunya, omwoyo gwange neguzirika. (Sera
Okwata ku maso gange nga gatunula: 4
Ntegana bwenti nokuinza nesiinza kwogera.
Ndowoze'za enaku ezeda, 5
Emyaka egyebiro ebyeda.
Njijukira oluimba lwange ekiro: 6
Nentesa ebigambo nomutima gwange nzeka;
Nomwoyo gwange gwanonyeza dala.
Mukama alisulira dala emirembe gyona? 7
Era anaba nga takyalina kisa nate?
Okusasirakwe kugendede dala emirembe gyona? 8
Kyeyasubiza nga kifude emirembe nemirembe?
Katonda yerabide okuba nekisa? 9
Asibye okusasirakwe okulungi mu busungu?
Nange nenjogera nti Obwo bwe bunafu bwange; 10
(Naye ndijukira) emyaka egyomukono ogwadyo gwoyo ali wagulu enyo.
Ndyogera ku bikolwa bya Mukama; 11
Kubanga ndijukira ebyekitalobyo ebyeda.
Era ndirowoza omulimugwo gwona, 12
Era ndifumitiriza ebikolwabyo.
Ekubolyo, ai Katonda, liri mu watukuvu: 13
Katonda omukulu, ali nga Katonda, yani?
Gwe Katonda akola ebyamagero: 14
Wamanyisa amānyigo mu mawanga.
Wanunula abantubo nomukonogwo, 15
Abana ba Yakobo ne Yusufu. (Sera
Ama'zi gākulaba, ai Katonda; 16
Ama'zi gākulaba, negatya:
Era nobuziba nebukankana.
Ebire nebitonya ama'zi; 17

Egulu nerireta edobozi :
Era nobusalebwo nebubuna.
18 Edobozi eryokubwatukakwo neriba mu kikung'unta ;
Okumyansa nekumulisa ebintu byona :
Ensi nekankana neyuguma.
19 Ekubolyo lyali mu nyanja,
Nempendazo (zali) mu ma'zi amangi,
Nebigerebyo tebyamanyika.
20 Walung'amya abantubo ngendiga,
Mu mukono gwa Musa ne Aloni.

78

Masikiri ya Asafu.

1 MUWULIRE, mwe abantu bange, okulagira kwange :
Mutege amatu gamwe eri ebigambo ebyakamwa kange.
2 Nayasama akamwa kange mu lugero ;
Nayogera ebigambo ebyekyama ebyeda :
3 Byetwawulira, byetwamanya,
Era bajaja bafe byebatubulira.
4 Tetulibikisa bana babwe,
Nga tubulira emirembe egija amatendo ga Mukama,
Namānyige, nebyamagerobye byeyakola.
5 Kubanga yanyuweza obujulizi mu Yakobo,
Era yalagira eteka mu Isiraeri,
Lyeyakutira bajaja bafe,
Babitegeze abana babwe :
6 Emirembe egija gibimanye, be bana abali bagenda okuzalibwa ;
Abali bagenda okugolokoka nokubibulira abana babwe :
7 Balyoke basubire Katonda,
So baleme okwerabira emirimu gya Katonda,
Naye bakwate amatekage :

So baleme okuba nga bajaja babwe, 8
Emirembe emikakanyavu, emijemu ;
Emirembe egitalongosa bulungi omutima gwagyo,
Nomwoyo gwagyo nga tegunyuwera eri Katonda.
Abana ba Eferaimu, nga balina ebyokulwanyisa 9
nemitego,
Nebakyuka enyuma ku lunaku olwolutalo.
Tebakwata ndagano ya Katonda, 10
Nebagana okutambulira mu matekage ;
Neberabira ebikolwabye, 11
Nebyamagerobye byeyabalaga.
Yakola ebyekitalo mu maso ga bajaja babwe, 12
Munsi Yemisiri, mu nimiro ya Zoani.
Yayasa mu nyanja, nabaisa wakati ; 13
Naimiriza ama'zi ngentumo.
Era emisana yabakulemberanga nekire, 14
Nekiro kyona nomumuli ogwomuliro.
Yayasa amainja mu lukola, 15
Nabanywesa ama'zi amangi ngagava mu buziba.
Era yavisa ensulo mu jinja, 16
Nakulukusa ama'zi ngemiga.
Naye nebanyikira nate okumwonona, 17
Okujemera oyo ali wagulu enyo mu lukola.
Nebakema Katonda mu mutima gwabwe 18
Nga basaba emere olwokwegomba kwabwe.
Era naye bayogera obubi ku Katonda ; 19
Bagamba nti Katonda ainza okutekateka ediro
mu lukola ?
Laba, yakuba ejinja ama'zi negatirika, 20
Emiga negikulukuta ;
Era ainza okuwa nomugati ?
Alibalabira enyama abantube ?
Mukama kyeyava awulira, nasunguwala : 21
Omuliro negwaka ku Yakobo,
Era nobusungu nebunyoka ku Isiraeri ;
Kubanga tebakiriza Katonda, 22
So tebesiga bulokozibwe.
Naye nalagira egulu wagulu, 23

Nagulawo enzigi ezomugulu ;
24 Nabatonyeseza manu okulya,
Nabawa emere eyomugulu.
25 Abantu nebalya emere eyabakulu :
Yabawereza ebyokulya naba'kusa.
26 Nakunsa empewo eziva ebuvanjuba mu gulu :
Era nalung'amya nobuinzabwe empewo eziva obukika obwadyo.
27 Era nabatonyeseza enyama ngenfufu,
Nenyonyi ezibuka ngomusenyu ogwenyanja :
28 Nabigwisa wakati mu lusisira lwabwe,
Okwetolola enyumba zabwe.
29 Awo nebalya, neba'kuta nyo ;
Nabawa kyebali begomba.
30 Bali nga tebanayawukana nokwegomba kwabwe,
Emere yabwe yali ngekyali mu bumwa bwabwe,
31 Obusungu bwa Katonda nebulinya kubo,
Nebuba'tamu abasinga obunene,
Nebuzikiriza abavubuka ba Isiraeri.
32 Era naye ebyo byona bwebyababako nebonona nate,
Nebatakiriza byamagerobye.
33 Kyevava amalawo enaku zabwe (okuzifula) obutalimu,
Nemyaka gyabwe mu kutya.
34 Bweyaba'ta, bwebabuzabuza okumunonya :
Nebakomawo nebakeranga okunonya Katonda.
35 Nebajukira nga Katonda lwe lwazi lwabwe,
Era nga Katonda ali wagulu enyo ye yabanunula.
36 Naye bamunyumiriza nakamwa kabwe,
Nebamulimba nolulimi lwabwe.
37 Kubanga omutima gwabwa tegwalongoka gyali,
So tebali besigwa mu ndaganoye.
38 Naye ye, kubanga yajula okusasira, nasonyiwa obutali butukirivu (bwabwe), natazikiriza :
Wewawo, emirundi emingi yabaisako obusungubwe,
Natakubiriza busungubwe bwona.

Naye najukira nga bo mubiri bubiri ; 39
Empewo eziita nezitada nate.
Emirundi nga mingi gyebakamujemera mu du- 40
ngu,
Nebamunakuwaliza mu lukola !
Nebakyuka nate nebakema Katonda, 41
Nebanyiza Omutukuvu wa Isiraeri.
Tebajukira mukonogwe, 42
Newakubade olunaku lweyabanununiramu eri
omulabe.
Bweyateka obubonerobwe mu Misiri, 43
Nebyamagerobye mu nimiro ya Zoani ;
Nafula emiga gyabwe omusai, 44
Nenzi'zi zabwe nebatainza kunywa.
Natuma mubo ebitole byensowera, ezabaluma ; 45
Nebikere, ebyabazikiriza.
Era nawa obuwuka ekyengera kyabwe, 46
Nemirimu gyabwe eri enzige.
Na'ta emizabibu gyabwe nomuzira, 47
Nemisukomoli gyabwe nempeke enene ezomuzira.
Yawayo nente zabwe eri omuzira, 48
Nendiga zabwe eri enjota ezaka.
Yabakasukako obusungubwe obukambwe, 49
Nokunyiga, nokunyikala, nokunakuwala,
Ekibina kya bamalaika abaleta obubi.
Yakubira obusungubwe ekubo, 50
Teyasasira meme zabwe obutafa,
Naye nawayo obulamu bwabwe eri olumbe ;
Nakuba ababeryeberye bona (abali) mu Misiri, 51
Abasinga amānyi mu wema za Kamu :
Naye nabagyamu abantube ye ngendiga, 52
Nabalung'amiza mu lukola ngekisibo.
Nabakulembera mu mirembe bwati nokutya ne- 53
batatya :
Naye enyanja nesulira dala abalabe babwe.
Nabaleta ku nsalo eyawatukuvuwe, 54
Ku lusozi luno omukonogwe ogwadyo lwegwa-
gula.

55 Era nagobamu amawanga mu maso gabwe,
Nagabawa okuba obusika ngabagerera,
Natuza ebika bya Isiraeri mu wema zago.
56 Naye nebakema Katonda ali wagulu enyo nebamujemera,
Nebatakwata byeyategeza ;
57 Naye nebakyuka enyuma nebakusakusa nga bajaja babwe :
Nebakyama ngomutego ogwobulimba.
58 Kubanga bamusunguwaza nebifo byabwe ebyokunsozi,
Nebamukwasa obugya nebifananyi byabwe ebyole.
59 Katonda bweyawulira bwatyo, nasunguwala,
Natamwa nyo Isiraeri :
60 Nafuluka mu wema eyomu Siro,
Ewema gyeyali atese mu bantu ;
61 Nawayo amānyige mu busibe,
Nekitibwakye mu mukono gwomulabe.
62 Era nagabula abantube eri ekitala ;
Nasunguwalira obusikabwe.
63 Omuliro negulya abavubuka babwe ;
Nabawala babwe nebataba na luimba lwa kufumbirwa.
64 Bakabona babwe nebafa ekitala ;
Ne banamwandu babwe nebatakuba biwobe.
65 Mukama nalyoka azukuka ngazukuka mu tulo,
Ngomuzira ayogerera wagulu nganywede omwenge.
66 Nakuba abalabebe nebadayo enyuma :
Nabakwasa ensonyi ezitagwawo.
67 Era nagana ewema ya Yusufu.
Natalonda kika kya Eferaimu ;
68 Naye nalonda ekika kya Yuda,
Olusozi Sayuni lweyayagala.
69 Nazimba awatukuvuwe okufanana ngensozi,
Ngensi gyeyanyuweza emirembe gyona.
70 Era nalonda Daudi omuduwe,

Namugya mu bisibo byendiga :
Mu kugoberera endiga eziyonsa mweyamugya, 71
Okulundanga Yakobo be bantube, ne Isiraeri bwe busikabwe.
Awo nabalundanga mu butukirivu obwomutimagwe ; 72
Nabalung'amyanga namagezi gemikonogye.

79

Zabuli ya Asafu.

Ai Katonda, amawanga ga'ze mu busikabwo ; 1
Bononye eyekaluyo entukuvu ;
Basude Yerusalemi entumo nentumo.
Emirambo gyabadubo bagiwadeyo okuba emere 2
yenyonyi eza wagulu,
Emibiri gyabatukuvubo eri ensolo zokunsi.
Omusai gwabwe bagufuse ngama'zi okwetolola 3
Yerusalemi ;
Newataba muntu wa kubazika.
Tufuse ekivume eri baliranwa bafe, 4
Okudulirwa nokusekererwa eri abo abatwetolode.
Ai Mukama, olitusa wa okusunguwala emirembe 5
gyona ?
Obugyabwo bulyaka ngomuliro ;
Fuka obusungubwo ku mawanga agatakumanyi, 6
Ne ku bwakabaka obutakowola linyalyo.
Kubanga balide Yakobo, 7
Nebazisa ekifokye.
Tojukira gyetuli obutali butukirivu bwa bajaja 8
bafe :
Okusasirakwo okulungi kwanguwe okutukulembera :
Kubanga tujezebwa nyo.
Otubere, ai Katonda owobulokozi bwafe, olweki- 9
tibwa kyerinyalyo :
Era otuwonye, onalize dala ebibi byafe, olwerinyalyo.

10 Abamawanga ekiriba kibogeza kiki nti Katonda
wabwe alirudawa?
Egwanga lyomusai gwabadubo oguyika
Limanyibwe mu bamawanga mu maso gafe.
11 Okusinda kwomusibe kuje mu masogo;
Ngobuinzabwo bwebuli obungi obawonye abo
abatekerwawo okufa;
12 Era owalane baliranwa bafe emirundi musanvu
mu kifuba kyabwe
Ekivume kyebakuvuma gwe, ai Mukama.
13 Nafe abantubo era endiga ezetaleryo
Tulikwebaza enaku zona:
Tulyolesa etendolyo okutusa emirembe gyona.

80

Ya mukulu walsimbi; eyekisosanimu-edusi. Zabuli ya Asafu.

1 Ai Omusumba wa Isiraeri, wulira,
Gwalung'amya Yusufu ngekisibo;
Gwatula wakati wa bakerubi, yakira dala.
2 Mu maso ga Eferaimu ne Benyamini ne Manase,
kubiriza amānyigo,
Oje otulokole.
3 Otukyuse nate, ai Katonda;
Oyase amasogo, nafe tulirokoka.
4 Ai Mukama Katonda owegye,
Olitusa wa okusunguwalira okusaba kwabantubo?
5 Wabalisa emere eyamaziga,
Era wabawa amaziga amangi okunywa.
6 Otufula oluyombo eri baliranwa bafe:
Nabalabe bafe baseka boka na boka.
7 Otukyuse nate, ai Katonda owegye;
Era oyase amasogo, nafe tulirokoka.
8 Wagya omuzabibu mu Misiri:
Wagobamu amawanga, nogusimba.
9 Wasawa mu maso gagwo,
Negusimba nyo emizi, negujula ensi.
10 Ensozi nezibikibwa nekisikirize kyagwo,

Namatabi gagwo negaba ngemivule gya Katonda.
Gwaloka amatabi gagwo okutusa ku nyanja 11
Nensibuka zagwo okutusa ku Muga.
Kiki ekyakumenyesa enkomera zagwo, 12
Bona abaita mu kubo nebagunogako?
Embi'zi eva mu kibira egunyaga, 13
Nensolo ezomunsiko zigulyako.
Okyuke nate, tukwegairide, ai Katonda owegye: 14
Otunulire wansi (ngoima) mu gulu, olabe, ojire omuzabibu ogwo,
Nekikolo omukonogwo ogwadyo kyegwasimba, 15
Netabi lyewekolera eryamanyi.
Gwokedwa omuliro, gutemedwa dala: 16
Bazikirira amasogo bwegabanenya.
Omukonogwo gube ku musaja owomukonogwo 17
ogwadyo,
Ku mwana womuntu gwewekolera owamanyi.
Nafe tetulida nyuma okukuleka: 18
Otuzukize gwe, nafe tunakabiranga erinyalyo.
Otukyuse nate, ai Mukama Katonda owegye; 19
Oyase amasogo, nafe tulirokoka.

81

Ya mukulu wabaimbi; Eyekigasi. (Zabuli) ya Asafu.

Muimbire wagulu eri Katonda amanyi gafe: 1
Mulete edobozi eryesanyu eri Katonda wa Yakobo.
Mwanukule oluimba, mulete ekitasa, 2
Enanga enungi ere namadinda.
Mufuwe ekondere omwezi nga kyeguje guboneke, 3
Omwezi nga gwa gabogabo, ku lunaku lwafe olutukuvu olwembaga.
Kubanga eryo lye teka eri Isiraeri, 4
Ekiragiro kya Katonda wa Yakobo.
Yakiteka mu Yusufu okuba obujulizi, 5
Bweyava nabuna ensi Yemisiri:

Gyenawulirira olulimi lwesamanya.
6 Nagya ekibegabegakye ku mugugu :
Engaloze nezisumatulwa mu bi'bo.
7 Wakowola bwewali mu naku, nange ninkuwonya;
Ninkudiramu mu kifo ekyekyama ekyokubwatuka :
Nakukemera ku ma'zi Agemeriba. [Sela
8 Muwulire, mwe abantu bange, nange nabatageza :
Gwe Isiraeri, singa okiriza okumpulira !
9 Temuliba katonda munagwanga mugwe ;
So tolisinza katonda munagwanga yena.
10 Nze Mukama Katondawo,
Eyakugya munsi Yemisiri :
Yasama nyo akamwako, nange ndikajuza.
11 Naye abantu bange nebatawulira dobozi lyange ;
So Isiraeri natanjagala na katono.
12 Nange nimbaleka okugoberera obukakanyavu bwomutima gwabwe,
Batambulire mu kutesa kwabwe bo.
13 Singa abantu bange bakiriza okumpulira,
Singa Isiraeri akiriza okutambulira mu makubo gange !
14 Nandiwangude mangu abalabe babwe,
Nandikyusi'za omukono gwange kwabo abalwana nabo.
15 Abakyawa Mukama bandimujemulukukide :
Naye ekisera kyabwe kyandibade kya mirembe gyona.
16 Era yandibalisi'za nobugimu obweng'ano :
Era nandikukusi'za nomubisi gwenjuki oguva mu jinja.

82

Zabuli ya Asafu.

1 KATONDA aimirira mu kibina kya Katonda ;
Asala emisango mu bakatonda.
2 Mulitusa wa okusala emisango egitali gya nsonga,

Nokusaliriza ababi? [Sela
Musalire emisango omwavu noyo atalina kitawe: 3
Mugate oyo ali mu naku natalina bintu.
Mumuwonye omwavu noyo eyetaga: 4
Mubalokole mu mukono gwomubi.
Tebamanya so tebategera; 5
Batambulatambula mu kizikiza:
Emisingi gyona egyensi gisagasagana.
Nayogera nti Muli bakatonda, 6
Era mwena muli bana boyo ali wagulu enyo.
Era naye mulifa ngabantu, 7
Era muligwa ngomu ku balangira.
Golokoka, ai Katonda, osalire ensi omusango: 8
Kubanga olisikira amawanga gona.

83

Oluimba, zabuli ya Asafu.

Ai Katonda, tosirika nate: 1
Toleka kwogera, so tobererawo, ai Katonda.
Kubanga, laba, abalabebo bayogana: 2
Nabo abakukyawa baimusi'za omutwe.
Basala enkwe ku bantubo, 3
Batesa wamu (obubi) ku bantubo abakweke.
Bogede nti Muje tubazikirize baleme okuba egwa- 4
nga;
Erinya lya Isiraeri lireme okujukirwa nate.
Kubanga batese'za wamu momwoyo gumu; 5
Balagana endagano kugwe:
Ewema za Edomu Nezabaisimaeri; 6
Moabu, Nabakagale;
Gebali, ne Amoni, ne Amaleka; 7
Firisitiya awamu nabo abatula mu Tulo:
Era Nebwasuli bwegase nabo; 8
Babede abana ba Luta. [Sela
Obakole nga (bwewakola) Midiani; 9
Nga Sisera, nga Yabini, ku muga Kisoni;
Abazikiririra Endola; 10

Nebafuka ngobusa ku taka.
11 Abakungu babwe obafananye nga Olebu ne Zeebu ;
Wewawo, abalangira babwe bona nga Zeba ne Zalamuna :
12 Abayogera nti Twetwalire feka
Enyumba za Katonda tuzirye.
13 Ai Katonda wange, obafule ngenfufu eyakazimu ;
Ngebisasiro empewo byezitwala.
Ngomuliro ogwokya ekibira,
14 Era ngenimi zomuliro ezokya ensozi ;
Obaiganye bwotyo ne kibuyagawo,
15 Era obatise nempewozo.
Juza amaso gabwe okweralikirira ;
16 Banonye erinyalyo, ai Mukama.
Bakwatibwe ensonyi, batye enaku zona ;
17 Wewawo, beralikirire bazikirire :
Balyoke bategere nga gwe weka, erinyalyo
18 Yakuwa,
Oli wagulu nyo ngofuga ensi yona.

84

Ya mukulu wabaimbi ; Eyekigasi. Zabuli ya batabani ba Kola.

1 Ewemazo nga nungi,
Ai Mukama owegye.
2 Ememe yange yegomba, era ezirise olwempya za Mukama ;
Omutima gwange nomubiri gwange bikabira Katonda omulamu.
3 Wewawo, enkazalugya yerabide enyumba,
Nakatai ekisu mwekalibikira obwana bwako,
Bye byotobyo, ai Mukama owegye,
Kabaka wange, era Katonda wange.
4 Balina omukisa abatula mu nyumbayo :
Banakutenderezanga. [Sela
5 Alina omukisa omuntu amanyige bwegaba mugwe ;

Engudo (ezigenda mu Sayuni) nga ziri mu mutimagwe.
Nga baita mu kiwonvu ekyamaziga bakifula ekifo ekyensulo ; 6
Wewawo, dumbi akibikako nomukisa.
Bava mu manyi nebagukira mu manyi, 7
Buli muntu mubo alabika mu maso ga Katonda mu Sayuni.
Ai Mukama Katonda owegye, wulira okusaba kwange : 8
Otege okutu, ai Katonda wa Yakobo. [Sera
Tunula, ai Katonda engabo yafe, 9
Olabe amaso goyo gwewafukako amafuta.
Kubanga olunaku lumu mu mpyazo lusinga olukumi. 10
Njagala okuba omu'gazi mu nyumba ya Katonda wange
Okusinga okutula mu wema ezobubi.
Kubanga Mukama Katonda ye njuba, ye ngabo : 11
Mukama aligaba ekisa nekitibwa :
Taliba'ma kintu kirungi kyona abo abegendereza.
Ai Mukama owegye, 12
Alina omukisa omuntu akwesiga gwe.

85

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya batabani ba Kola.

Mukama, watunulira ensiyo nekisa ; 1
Wa'za obusibe bwa Yakobo.
Wasonyiwa obutali butukirivu obwabantubo, 2
Wabika ku kibi kyabwe kyona. [Sera
Wagyawo obusungubwo bwona : 3
Wakyuka noleka ekiruwikyo ekikambwe.
Otukyuse, ai Katonda owobulokozi bwafe, 4
Era okunyigakwo kugwewo eri fe.
Olitusunguwalira enaku zona ? 5
Olitusa obusungubwo emirembe gyona ?

6 Tolituzukiza nate,
Abantubo bakusanyukire gwe?
7 Otulage okusasirakwo, ai Mukama,
Otuwe obulokozibwo.
8 Kampulire Katonda Mukama byanayogera:
Kubanga anabulira abantube emirembe, nabatukuvube:
Naye baleme okukyama nate mu busirusiru.
9 Mazima obulokozibwe bubaba kumpi abo abamutya;
Ekitibwa kiryoke kitule munsi yafe.
10 Okusasira namazima birabaganye;
Obutukirivu nemirembe binywegeraganye.
11 Amazima galose mu taka;
Nobutukirivu butunude kunsi nga buima mu gulu.
12 Wewawo, Mukama aligaba ebirungi;
Nensi yafe erireta ekyengera kyayo.
13 Obutukirivu bulimukulembera;
Era bulikubira ebigerebye ekubo.

86

Okusaba kwa Daudi.

1 OTEGE okutukwo, ai Mukama, onziremu;
Kubanga nze mwavu, sirina bintu.
2 Okume ememe yange; kubanga nze ntya Katonda:
Ai gwe Katonda wange, olokole omuduwo akwesiga.
3 Onsasire, ai Mukama;
Kubanga nkukowola gwe okuzibya obude.
4 Osanyuse ememe yomuduwo;
Kubanga nyimusa ememe yange eri gwe, ai Mukama.
5 Kubanga gwe, Mukama, oli mulungi, oyanguwa okusonyiwa,
Era ojula ekisa eri abo bona abakukowola.

Otege okutu, ai Mukama, eri okusaba kwange; 6
Owulire edobozi eryokwegairira kwange.
Ku lunaku olwokunakuwala kwange ndikuko- 7
wola;
Kubanga olinziramu.
Tewali afanana nga gwe mu bakatonda, ai 8
Mukama;
So tewali bikolwa ebiri ngebibyo.
Amawanga gona gewakola galija, galisinza mu 9
masogo, ai Mukama;
Era galigulumiza erinyalyo.
Kubanga gwe mukulu, era okola ebyekitalo: 10
Gwe Katonda weka.
Onjigirize ekubolyo, ai Mukama; natambuliranga 11
mu mazimago:
Ogate wamu omutima gwange gutye erinyalyo.
Ndikutendereza, ai Mukama Katonda wange, no- 12
mutima gwange gwona;
Era ndigulumiza erinyalyo emirembe gyona.
Kubanga okusasirakwo kungi gyendi; 13
Era wawonya ememe yange mu kinya ekiri wansi
enyo.
Ai Katonda, abamalala bangolokokedeko, 14
Nekibina ekyabatemu banonye'za ememe yange,
So tebakutade gwe mu maso gabwe.
Naye gwe, ai Mukama, oli Katonda ajula okusa- 15
sira, owekisa,
Alwawo okusunguwala, alina okusasira namazima
amangi.
Onkyukire, onsasire; 16
Omuwe omuduwo amanyigo,
Omulokole omwana womuzanawo.
Ondage akabonero olwobulungi; 17
Abankyaye bakalabe bakwatibwe ensonyi.
Kubanga gwe, ai Mukama, ombede, era onsanyu-
si'za.

87

Zabuli ya batabani ba Kola; oluimba.

1 Emisingigye giri ku nsozi entukuvu.
2 Mukama ayagala emiryango gya Sayuni
Okusinga enyumba zona eza Yakobo.
3 Ebyekitibwa bikwogerwako,
Gwe ekibuga kya Katonda.
4 Ndyogera ku Lakabu ne Babuloni nga bali mwabo abamanyi nze:
Laba Firisitiya, ne Tulo, Nebwesiyopya;
Oyo yazalirwa omwo.
5 Wewawo, kiryogerwa ku Sayuni nti Gundi ne gundi bazalirwa omwo;
Noyo ali wagulu enyo alikinyuweza ye nyini.
6 Mukama alibala, bwaliwandika amawanga,
Nti Gundi yazalirwa omwo.
7 Abaimba era nabo abazina (balyogera nti)
Ensulo zange zona ziri mugwe.

88

Oluimba, zabuli ya batabani ba Kola: ya mukulu wabaimbi: eyekimakalasi-Leanosi. Masikiri ya Kemani Omuzera.

1 Ai Mukama, Katonda owobulokozi bwange,
Nakabira emisana nekiro mu masogo:
2 Okusaba kwange kuingire woli;
Otege okutukwo eri okukaba kwange:
3 Kubanga ememe yange ejude enaku,
Nobulamu bwange busemberera emagombe.
4 Bambalira wamu nabo aba'ka mu kinya;
Ninga omuntu atalina mubezi:
5 Asulibwa mu bafu,
Ali ngaba'tibwa abagalamira mu ntana,
Botojukira nate;
Era bayawukana nomukonogwo.
6 Ontade mu kinya ekiri wansi enyo,

Mu bifo ebyenzikiza, mu buziba.
Obusungubwo bunyigiriza nyo, 7
Era ombonyabonye'za namayengogo gona. [Sera
Onjawukanyiri'za wala nabo bemanyi; 8
Onfude ekitama eri abo:
Nsibidwa, so siinza kuvamu.
Eriso lyange likulukuse olwokunakuwala: 9
Nkukabira buli lunaku, ai Mukama,
Ntega engalo zange eri gwe.
Oliraga abafu ebyamagero? 10
Abafa baligolokoka balikutendereza? [Sera
Ekisakyo kiribulirirwa mu nagombe? 11
Nobwesigwabwo mu kuzikirira?
Ebyamagerobyo birimanyirwa mu kizikiza? 12
Nobutukirivubwo munsi eyokwerabira?
Naye gwe, ai Mukama, gwenkabira, 13
Era (buli) nkya okusaba kwange kunatukanga mu masogo.
Mukama, kiki ekikusuza ememe yange? 14
Kiki ekikunkwesa amasogo?
Mbonyabonyezebwa, nfanana okufa okuva mu 15 buto bwange:
Entisazo bwezimbako, neneralikirira nyo.
Okusungubwo obukambwe buntuseko; 16
Entisazo zinzingizi'za.
Banetolola ngama'zi okuzibya obude; 17
Bantaiza eruwi neruwi wamu.
Abanjagala nemikwano (gyange) obawukanyi'za 18 wala nange,
Nabo bemanyi mu kizikiza.

89

Masikiri ya Esani Omuzera.

Ndimba ku kusasira kwa Mukama enaku zona: 1
Nakamwa kange nditegeza abemirembe gyona obwesigwabwo.

2 Kubanga njogede nti Okusasira kulinyuwezebwa
okutusa emirembe nemirembe ;
Era ne mu gulu olisimba obwesigwabwo.
3 Ndaganye endagano nabalonde bange,
Ndairide Daudi omudu wange ;
4 Ezaderyo ndirinyuweza enaku zona,
Nentebeyo ndigizimbira dala emirembe gyona.
[Sela
5 Negulu liritendereza ebyamagerobyo, ai Mukama ;
Era nobwesigwabwo mu kung aniro eryabatukuvu.
6 Kubanga ani mu gulu gwebainza okugerageranya
ne Mukama ?
Ani ku bana babakulu ali nga Mukama,
7 Ye Katonda atibwa enyo mu lukiko olwabatu-
kuvu,
Agwana okutibwa okusinga bona abamwetolola ?
8 Ai Mukama Katonda owegye,
Ani owamanyi, afanana nga gwe, ai Ya ?
Nobwesigwabwo bukwetolola.
9 Gwofuga amalala genyanja :
Amayengo gayo bwegagolokoka, ogatesa.
10 Wamenyamenya Lakabu ngomuntu a'tibwa ;
Wasasanya abalabebo nomukono ogwamanyigo.
11 Egulu liryo, era nensi yiyo :
Ebintu byona nokujula kwabyo wabitekawo.
12 Obukika obwa kono nobwadyo wabutonda :
Tabola ne Keremoni bisanyukira erinyalyo.
13 Olina omukono ogwamānyi :
Engalozo za manyi, nomukonogwo ogwadyo gu-
gulumizibwa.
14 Obutukirivu nomusango bye binyuweza entebeyo :
Okusasira namazima bikulembera amasogo.
15 Balina omukisa abantu al'amanyi edobozi erye-
sanyu :
Ai Mukama, batambulira mu musana gwamasogo.
16 Basanyukira erinyalyo okuzibya obude :
Era bagulumizibwa mu butukirivubwo.
17 Kubanga gwoli kitibwa kya manyi gabwe :

Nolwekisakyo ejembe lyafe lirigulumizibwa.
Kubanga Mukama ye nanyini ngabo yafe ; 18
Era Omutukuvu wa Isiraeri ye nanyini kabaka wafe.
Mu biro biri wabagambira abatukuvubo mu kwolesebwa, 19
Noyogera nti Ntadewo okubera ku muntu owamanyi ;
Ngulumizi'za omuntu eyalondebwa mu bantu.
Ndabye Daudi omudu wange ; 20
Mufuseko amafuta gange amatukuvu :
Engalo zange zirinyuwezebwa gyali ; 21
Nomukono gwange gulimuwa amānyi.
Omulabe talimujoga ; 22
Newakubade omwana wobubi talimubonyabonya.
Nange ndisula abalirwana naye mu masoge, 23
Era ndikuba abalimukyawa.
Naye obwesigwa bwange nokusasira kwange binabanga naye ; 24
Ne mu linya lyange ejemberye lirigulumizibwa.
Era nditeka omukonogwe ku nyanja, 25
Nomukonogwe ogwadyo ku miga.
Alinkabira nti Gwe kitange, 26
Katonda wange, era ejinja eryobulokozi bwange.
Era ndimufula omuberyeberye (wange), 27
Asinga bakabaka abensi.
Ndimuterekera okusasira kwange emirembe nemirembe, 28
Nendagano yange erinyuwera gyali.
Era ndiwangaza ezaderye emirembe gyona, 29
Nentebeye ngenaku ezegulu.
Abanabe bwebalireka amateka gange, 30
Nebatatambulira mu misango gyange ;
Bwebalinyoma ebiragiro byange, 31
Nebatakwata mateka gange ;
Nange ndi'jira okwonona kwabwe nomugo, 32
Nobutali butukirivu bwabwe nokukuba.
Naye sirimugyirako dala kusasira kwange, 33

So siriganya bwesigwa bwange okuwebuka.
34 Sirimenya ndagano yange,
Sirijulula kigambo ekyava mu mimwa gyange.
35 Omulundi gumu nalaira obutukirivu bwange;
Sirimulimba Daudi.
36 Ezaderye liriberera emirembe gyona,
Nentebeye ngenjuba mu maso gange.
37 Erinyuwezebwa enaku zona ngomwezi,
Era ngomujulirwa omwesigwa mu gulu. [Sera
38 Naye wasula nogoba
Nosunguwalira oyo gwewafukako amafuta.
39 Wakyawa endagano eyomuduwo.
Wanyoma enguleye (nogisula) wansi.
40 Wamenyamenya enkomeraze zona;
Wayabya ebigobye.
41 Bona abaita mu kubo bamunyaga:
Afuse ekivume eri baliranwabe.
42 Ogulumizi'za omukono ogwadyo ogwabalabebe;
Osanyusi'za abamukyaye bona.
43 Wewawo, okyami'za obwogi bwekitalakye,
So tomuimirizi'za mu lutalo.
44 Omazewo okumasamasakwe,
Nosulira dala entebeye wansi.
45 Osaze ku naku ezobuvubukabwe:
Omubiseko ensonyi. [Sera
46 Olitusa wa, ai Mukama, okwekweka enaku zona?
Obusungubwo bulitusa wa okwaka ngomuliro?
47 Ojukire, nkwegairide, ekisera kyange bwekiri ekitono:
Abana babantu bona nga wabatondera ebitalimu!
48 Omuntu aliwa aliba omulamu ataliraba kufa,
Alyewonya ememeye mu bunza bwamagombe? [Sera
49 Mukama, okusasirakwo okweda kuliruwiwa,
Kwewalairira Daudi mu bwesigwabwo?
50 Jukira, Mukama, abadubo bwebavumibwa;
Bwensitula mu kifuba kyange ekivume ekyamawanga gona agamānyi;

Abalabebo kyebavuma, ai Mukama, 51
Kyebavuma ebigere byoyo gwewafukako amafuta.
Mukama yebazibwe emirembe nemirembe. 52
Amina, era Amina.

90

Okusaba kwa Musa omusaja wa Katonda.

MUKAMA, gwe wali kifo kyafe ekyokutulamu 1
Mu mirembe gyona.
Ensozi nga tezinazalibwa, 2
Era nga tonabumba nsi nebintu,
Okuva mu mirembe gyona okutusa mu mirembe gyona, gwe Katonda.
Osindika abantu mu kuzikirira ; 3
Era oyogera nti Mudeyo, mwe abana babantu.
Kubanga emyaka olukumi mu masogo 4
Giri ngolwajo olwaita,
Era ngekisisimuka kyekiro.
Obatwalira dala nga mukoka ; bali ngotulo : 5
Enkya bali ngomudo ogumera.
Enkya guloka, gumera ; 6
Akawungezi nga gusalidwa, era nga guwotose.
Kubanga obusungubwo butumalawo, 7
Era bwonyiga netweralikirira.
Otade obutali butukirivu bwafe mu masogo, 8
Ebibi byafe ebyekyama mu musana gwamasogo.
Kubanga enaku zafe zona ziita mu busungubwo ; 9
Emyaka gyafe gigwawo ngekirowozo.
Enaku zemyaka gyafe gye myaka nsanvu, 10
Era naye amanyi gaweza emyaka ekinana ;
Naye amalala gabwe kwe kutegana nokunakuwala kwerere ;
Kubanga gaita mangu, nafe netubula.
Ani amanyi obuinza obwobusungubwo, 11
Nokunyiga nga bwogwanira okutibwa ?
Otuigirize tubale bwetutyo enaku zafe, 12
Tulyoke tufune omutima omugezigezi.

13 Okomewo, ai Mukama; olitusa wa?
Era wejuse mu bigambo ebyabadubo.
14 Otu'kuse enkya nokusasirakwo;
Tusanyuke, tujaguze enaku safe zona.
15 Otusanyuse ngenaku bweziri zewatubonyabonyezamu,
Era ngemyaka bwegiri gyetwalabiramu obubi.
16 Omulimugwo gulabikire abadubo,
Nekitibwakyo kirabike ku bana babwe.
17 Era nobulungi bwa Mukama Katonda wafe bubere kufe:
Era otunyuwereze emirimu gyemikono gyafe;
Wewawo, emirimu gyemikono gyafe oginyuweze.

91

1 ATULA mu kifo ekyekyama ekyoyo ali wagulu enyo
Yanaberanga wansi wekisikirize Ekyomuinza wobintu byona.
2 Ndyogera ku Mukama nti Oyo kye kidukiro kyange, era kye kigo kyange;
Katonda wange gwenesiga.
3 Kubanga oyo yanakulokolanga mu mutego ogwomui'zi,
Ne mu kawumpuli omubi.
4 Anakubikangako nebiwawatirobye,
Era wansi webyoyabye wonodukiranga:
Amazimage ye ngabo, ge gakuma.
5 Tolitya lwa ntisa ya kiro
Newakubade akasale akagenda emisana;
6 Olwolumbe olutambulira mu kizikiza,
Newakubade olwokuzikiriza okufafaganya mu tuntu.
7 Abantu olukumi baligwira ku lubirizirwo,
Era akakumi ku mukonogwo ogwadyo;
Tekulikusemberera gwe.
8 Naye olitunula namasogo,

Oliraba empera yababi.
Kubanga gwe, ai Mukama, oli kidukiro kyange ! 9
Omufude oyo ali wagulu enyo ekigokyo wotula ;
Tewali kabi akalikubako, 10
Se tewali kibonobono ekirisemberera ewemayo.
Kubanga alikulagiririza bamalaikabe, 11
Bakukume mu makubogo gona.
Balikuwanirira mu mikono gyabwe, 12
Oleme okwesitala ekigerekyo ku jinja.
Olirinya ku mpologoma ne ku salambwa : 13
Olisamba empologoma ento nomusota wansi webigerebyo.
Kubanga antadeko okwagalakwe, kyendiva mu- 14
wonya :
Ndimugulumiza wagulu, kubanga amanyi erinya lyange.
Alinkabira, nange ndimuitaba ; 15
Naberanga wamu naye bwananakuwalanga :
Ndimuwonya, ndimuwa ekitibwa.
Ndimuwangaza nyo, ndimu'kusa obulamu, 16
Era ndimulaga obulokozi bwange.

92

Zabuli, oluimba olwokusabiti.

Kirungi okwebaza Mukama, 1
Nokuimba okutendereza erinyalyo, gwali wagulu enyo :
Okwolesa ekisakyo enkya, 2
Nobwesigwabwo buli kiro.
Nekintu ekirina engoye ekumi, era namadinda : 3
Nedobozi eryokutya eryenanga.
Kubanga gwe, Mukama, onsanyusi'za nomulimugwo : 4
Ndijaguliza emirimu gyemikonogyo.
Emirimugyo nga mikulu, ai Mukama ! 5
Ebirowozobyo bya buziba nyo.
Omuntu ali ngensolo tamanyi kino, 6

Songa nomusirusiru takitegera :
7 Ababi bwebaloka ngomudo,
Era abakozi bobubi bona bwebera ;
Kyebava (bera) bazikirizibwe emirembe gyona :
8 Naye gwe, ai Mukama, ogulumizibwa emirembe nemirembe.
9 Kubanga, laba, abalabebo, ai Mukama,
Kubanga, laba, abalabebo balizikirira ;
Abakozi bobubi bona balisasanyizibwa.
10 Naye ogulumizi'za ejembe lyange ngeryembogo :
Nfukidwako amafuta amagya.
11 Era eriso lyange lirabye (byenjagala nga bituse) ku balabe bange,
Amatu gange gawulide (byenjagala nga bituse) kwabo abakola obubi abangolokokerako.
12 Omutukirivu aliyera ngolukindu ;
Alikula ngomuvule mu Lebanoni.
13 Abasimbirwa mu nyumba ya Mukama
Baliyerera mumpya za Katonda wafe.
14 Baliba nga bakyabala ebibala nga bakadiye ;
Balijula ama'zi, baligeja :
15 Balage nga Mukama mutukirivu ;
Oyo lye jinja lyange, so muye temuli butali butukirivu.

93

1 Mukama afuga ; ayambade obukulu :
Mukama ayambade, yesibye amānyi :
Era ensi enyuwede nokuinza neteinza kusagasagana.
2 Entebeyo yanyuwera eda neda lyona :
Obererawo okuva emirembe nemirembe.
3 Ama'zi gaimusi'za, gwe Mukama,
Ama'zi gaimusi'za edobozi lyago ;
Ama'zi gaimusa amayengo gago.
4 Okusinga amalobozi agama'zi amangi,
Amayengo amanene agokunyanja,

Mukama ali wagulu asinza amānyi.
Byewategeza bya mazima dala :
Obutukuvu busanira enyumbayo,
Ai Mukama, emirembe nemirembe.

94

Ai Mukama, gwe Katonda nanyini kuwalana,
Gwe Katonda nanyini kuwalana, omasizemasize dala.
Weyimuse, gwasalira ensi emisango:
Obawe abamalala ebibagwanira.
Mukama, ababi balitusa wa,
Ababi balitusa wa okuwangula?
Bogera ebitalimu, nebyamalala :
Abakozi bobubi bona benyumiriza :
Bamenyamenya abantubo, ai Mukama,
Era babonyabonya obusikabwo.
Ba'ta munamwandu ne munagwanga,
Era ba'ta atalina kitawe.
Nebogera nti Mukama talabe,
So Katonda wa Yakobo talowoze.
Mulowoze, mwe aba'i ngensolo mu bantu :
Namwe abasirusiru, muligeziwala di?
Eyatekawo okutu, taliwulira?
Eyabumba eriso, taliraba?
Abonereza amawanga, talikangavula,
Aigiriza abantu amagezi?
Mukama amanyi ebirowozo byabantu,
Nga muka.
Alina omukisa omuntu gwobonereza, ai Mukama,
Era gwoigiriza ebiva mu matekago ;
Olyoke omuwumuze aleme okulaba ebiro ebyenaku,
Okutusa ekinya lwekirisimirwa ababi.
Kubanga Mukama talisula bantube,
So talireka busikabwe.

15 Kubanga omusango gulida mu butukirivu :
Ne bona abalina emitima egyamazima balibugoberera.
16 Ani anangolokokera kwabo abakola obubi ?
Ani ananyimiririra ku bakozi bebitali bya butukirivu ?
17 Singa Mukama teyali mubezi wange,
Ememe yange yanditude mangu awali okusirika.
18 Bwenayogera nti Ekigere kyange kiserera,
Okusasirakwo, gwe Mukama, nekumpanirira.
19 Mu birowozo byange ebingi ebiri munze
Okusanyusakwo kumpomera ememe yange.
20 Abafuga ababi balisa ekimu nawe,
Abalagira ebyetima mu mateka ?
21 Bakung'ana okulumba ememe yomutukirivu,
Nebasala omusango okusinga omusai ogutaliko kabi.
22 Naye Mukama yabanga kigo kyange ekiwanvu ;
Era Katonda wange lye jinja lyeneyuna.
23 Era abaleseko obutali butukirivu bwabwe bo,
Era alibazikiriza mu bubi bwabwe ;
Mukama Katonda wafe alibazikiriza.

95

1 Muje, tumuimbire Mukama :
Tuimbire nedobozi eryesanyu ejinja eryobulokozi bwafe.
2 Tuje mu masoge nokwebaza,
Tumuimbire nedobozi eryesanyu ne zabuli.
3 Kubanga Mukama ye Katonda omukulu,
Era Kabaka omukulu asinga bakatonda bona.
4 Enkonko zensi ziri mu mukonogwe ;
Nentiko zensozi nazo zize.
5 Enyanja yiye, era yagikola ;
Nemikonogye gye gyabumba olukalu.
6 Muje, tusinze, tuvuname ;

Tufukamire mu maso ga Mukama Omutonzi wafe:
Kubanga ye Katonda wafe, 7
Nafe tuli bantu ba talerye, era endiga ezomumukonogwe.
Lero, obanga munawulira edobozirye,
Temukakanyaza mitima gyamwe, nga Emeriba, 8
Nga ku lunaku Olwemasa mu lukola:
Bajaja bamwe bwebankema, 9
Nebangeza, nebalaba omulimu gwange.
Emyaka amakumi ana nanyikalira abemirembe giri, 10
Ninjogera nti Be bantu abakyama mu mutima gwabwe,
So tebamanya makubo gange:
Kyenava ndaira mu busungu bwange, 11
Nga tebaliingira mu kiwumulo kyange.

96

Mumuimbire Mukama oluimba olugya: 1
Mumuimbire Mukama, mwe ensi zona.
Mumuimbire Mukama, mwebaze erinyalye; 2
Mwolese obulokozibwe buli lunaku buli lunaku.
Mubulire ekitibwakye mu mawanga, 3
Ebyamagerobye mu bantu bona.
Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa enyo: 4
Agwana okutibwa okusinga bakatonda bona.
Kubanga bakatonda bona abamawanga bye bifananyi: 5
Naye Mukama ye yakola egulu.
Ekitibwa nobukulu biri mu masoge: 6
Amanyi nobulungi biri mu watukuvuwe.
Mumuwe Mukama, mwe ebika ebyamawanga, 7
Mumuwe Mukama ekitibwa namănyi.
Mumuwe Mukama ekitibwa ekigwanira erinyalye: 8
Mulete esadaka, muje mu mpyaze.

9 Kale mumusinze Mukama mu bulungi obwobutukuvu.
Mukankane mu masoge, mwe ensi zona.
10 Mwogere mu mawanga nti Mukama afuga:
Era nensi enyuwera nokuinza neteinza kusagasagana:
Alisalira amawanga emisango egyensonga.
11 Egulu lisanyuke, era nensi ejaguze;
Enyanja ewume, nokujula kwayo;
12 Enimiro ejaguze, nebigirimu byona;
Emiti gyona egyomukibira negiryoka giimba olwesanyu;
13 Mu maso ga Mukama, kubanga aja;
Kubanga aja okusalira ensi emisango:
Alisalira ensi emisango egyensonga,
(Aliramula) amawanga namazimage.

97

1 Mukama afuga; ensi esanyuke;
Ebizinga bijaguze bwebyenkana obungi.
2 Ebire nekizikiza bimwetolola:
Obutukirivu nomusango bye binyuweza entebeye.
3 Omuliro gumukulembera,
Gwokya abalabebe eruwi neruwi.
4 Enjotaze zamulisa ensi:
Ensi neraba nekankana.
5 Ensozi zasanuka ngenvumbo awali Mukama,
Awali Mukama wensi zona.
6 Egulu libulira obutukirivubwe,
Namawanga gona galabye ekitibwakye.
7 Bakwatibwe ensonyi bona abasinza ebifananyi ebyole,
Abenyumiriza olwebifananyi:
Mumusinze ye, mwe bakatonda mwena.
8 Sayuni yawulira nasanyuka,
Nabawala ba Yuda nebajaguza;

Olwemisangogyo, ai Mukama.
Kubanga gwe, Mukama, oli wagulu nyo kunsi 9
zona:
Ogulumizibwa okusinga enyo bakatonda bona.
Kale mwe abagala Mukama, mukyawe obubi: 10
Akuma ememe zabatukuvube;
Abawonya mu mukono gwomubi.
Omusana gwasigirwa omutukirivu, 11
Nesanyu oyo alina omutima ogwamazima.
Musanyukire Mukama, mwe abatukirivu; 12
Era mwebaze erinyalye etukuvu.

98

Zabuli.

Mumuimbire Mukama oluimba olugya; 1
Kubanga akoze ebyamagero:
Engaloze ezadyo, nomukonogwe omutukuvu bimuletede obulokozi.
Mukama amanyisi'za obulokozibwe: 2
Obutukirivubwe abwolekere'za dala mu maso gamawanga.
Ajukide okusasirakwe nobwesigwabwe eri enyu- 3
mba ya Isiraeri:
Enkomerero zona ezensi zirabye obulokozi bwa Katonda wafe.
Muimbe nedobozi eryesanyu eri Mukama, mwe 4
ensi zona:
Mulete oluimba muimbe olwesanyu, wewawo, muimbe ebyokutendereza.
Muimbe okutendereza Mukama nenanga; 5
Nenanga era nedobozi eriimba.
Namakondere nedobozi eryakagombe 6
Mulete edobozi eryesanyu mu maso ga Kabaka, Mukama.
Enyanja ewume, nokujula kwayo; 7
Ensi zona, nabo abazitulamu;

8 Ama'zi gakube mu ngalo;
Ensozi ziimbire wamu olwesanyu;
9 Mu maso ga Mukama, kubanga aja okusalira ensi omusango:
Alisalira ensi emisango egyensonga,
(Aliramula) amawanga nobutukirivu.

99

1 MUKAMA afuga; amawanga gakankane:
Atula wakati wa bakerubi; ensi esagasagane.
2 Mukama mukulu mu Sayuni;
Era ali wagulu okusinga amawanga gona.
3 Batendereze erinyalyo ekulu era eryentisa:
Ye mutukuvu.
4 Era amānyi ga kabaka gagala omusango;
Gwonyuweza obutukirivu,
Otukiza omusango nobutukirivu mu Yakobo.
5 Mumugulumize Mukama Katonda wafe,
Era musinzize ku ntebe yebigerebye:
Ye mutukuvu.
6 Musa ne Aloni mu bakabonabe,
Ne Samuiri mwabo abakowola erinyalye;
Bakabira Mukama, nabaitaba.
7 Yayogerera nabo mu mpagi eyekire:
Bakwata byeyategeza, nekiragiro kyeyabawa.
8 Wabadamu, ai Mukama Katonda wafe:
Wali Katonda abasonyiwa,
Newakubade nga wabawalana egwanga olwebikolwa byabwe.
9 Mumugulumize Mukama Katonda wafe,
Musinzize ku lusozirwe olutukuvu;
Kubanga Mukama Katonda wafe mutukuvu.

100

Zabuli eyokwebaza.

MULETERE Mukama edobozi eryesanyu, mwe ensi zona. 1
Mumuwereze Mukama nesanyu: 2
Muje mu masoge nokuimba.
Mumanye nga Mukama ye Katonda: 3
Oyo ye yatutonda, nafe tuli babe;
Tuli bantube, era endiga ezomudundirolye.
Muingire mu miryangogye nokwebaza, 4
Ne mu mpyaze nokutendereza:
Mumwebaze, mukuze erinyalye.
Kubanga Mukama mulungi; okusasirakwe kwa luberera; 5
Nobwesigwabwe bwa mirembe gyona.

101

Zabuli ya Daudi.

NDIIMBA ku kusasira ne ku musango: 1
Gwe, ai Mukama, gwendiimbira okutendereza.
Nditambulira namagezi mu kubo etukirivu: 2
Wowe, olija gyendi di?
Nditambulira mu nyumba yange nomutima ogutukiride.
Siriteka kintu kyona ekitasana mu maso gange: 3
Nkyawa omulimu gwabo abakyama;
Tegulyegata nange.
Omutima ogutawulira gulindekera dala: 4
Sirimanya kintu kyona kibi.
Awaiririza mune mu kyama, oyo ndizikiriza: 5
Alina amaso agegulumiza nomutima ogwamalala sirimugumikiriza.
Amaso gange ganatunuliranga abesigwa abomunsi, 6
batule wamu nange:

Atambulira mu kubo etukirivu yanamperezanga.
7 Akola ebyobulimba talitula mu nyumba yange:
Ayogera ebitali bya mazima talinyuwera mu maso gange.
8 Buli nkya nazikirizanga ababi bona abomunsi;
'Malewo bona abakola ebitali bya butukirivu bagwewo mu kibuga kya Mukama.

102

Okusaba kwoyo aliko obuinike, nga bwagala okumuta nafuka okwemulugunyakwe mu maso ga Mukama.

1 WULIRA okusaba kwange, ai Mukama,
Okukaba kwange kutuke gyoli.
2 Tonkisa masogo ku lunaku olwokunakuwala kwange:
Otege okutukwo wendi;
Ku lunaku lwenkowolerako ompitabe mangu.
3 Kubanga enaku zange zigwawo ngomuka,
Namagumba gange gokebwa ngomumuli.
4 Omutima gwange gwokedwa, guwotose ngomudo;
Kubanga nerabira okulya emere yange.
5 Olwedobozi eryokusinda kwange
Amagumba gange gegase nomubiri gwange.
6 Ninga kimbala owomulukola;
Nfuse ngekiwugulu ekyomunsiko.
7 Ntunula, era nfuse
Ngenkazalugya etula ku kitikiro yoka.
8 Abalabe bange bazibya obude okunvuma;
Abandalukide bandaira.
9 Kubanga ndide evu ngemere,
Era ntabude kyenywede namaziga.
10 Olwokunyigakwo nobusungubwo:
Kubanga wanonda nonsula.
11 Enaku zange ziri ngekisikirize ekigwawo;
Era mpotose ngomudo.
12 Naye gwe, ai Mukama, oliberera enaku zona:
Nekijukizokyo okutusa emirembe gyona.

Oligolokoka, olisasira Sayuni: 13
Kubanga obude butuse okumusasira, wewawo, obude obwalagirwa butuse.
Kubanga abadubo basanyukira amainjage, 14
Era basasira enfufuye.
Bwegatyo amawanga gona galitya erinya lya Mu- 15
kama,
Ne bakabaka bona abensi (balitya) ekitibwakyo:
Kubanga Mukama azimbide dala Sayuni, 16
Alabikide mu kitibwakye;
Alowoze'za okusaba kwabo abafiridwa, 17
So tanyomye kusaba kwabwe.
Ekyo kiriwandikirwa emirembe egirija: 18
Negwanga eriritondebwa liritendereza Mukama.
Kubanga atunulide wansi ngaima ku watukuvuwe 19
awagulumivu;
Mukama yalaba ensi ngaima mu gulu;
Okuwulira okusinda kwomusibe; 20
Okusumulula abo abatekerwawo okufa;
Abantu balyoke batendere erinya lya Mukama 21
mu Sayuni,
Netendolye mu Yerusalemi;
Amawanga bwegalikung'ana awamu, 22
Namatwale, okuwereza Mukama.
Yakendeza ku manyi gange mu kubo; 23
Yasala ku naku zange.
Ninjogera nti Ai Katonda wange, tontwalira dala 24
ngenaku zange tezinagwawo:
Emyakagyo giberera emirembe gyona.
Eda neda watandika ensi; 25
Negulu gwe mulimu gwemikonogyo.
Ebyo birigwawo, naye gwoliberera: 26
Wewawo, ebyo byona birikadiwa ngekyambalo;
Olibiwanyisa ngekyambalo, nebyo biriwanyisibwa:
Naye gwoba bumu, 27
Nemyakagyo tegirikoma.
Abana babadubo baliberawo, 28
Nezade lyabwe lirinyuwezebwa mu masogo.

103

(Zabuli) ya Daudi.

1 Webaze Mukama, gwe ememe yange;
Ne byona ebiri munda yange, (mwebaze) erinyalye etukuvu.
2 Webaze Mukama, gwe ememe yange,
So tewerabira birungibye byona:
3 Asonyiwa ebikolwabyo byona ebitali bya butukirivu;
Awonya endwadezo zona;
4 Anunula obulamubwo buleme okuzikirira;
Aku'sako engule eyekisa nokusasira okulungi:
5 A'kusa akamwako ebirungi;
Obuvubukabwo nebuda obugya ngempungu.
6 Mukama akola ebyobutukirivu,
Atukiriza emisango kulwabo bona abajogebwa.
7 Yamanyisa Musa amakuboge,
Nebikolwabye eri abana ba Isiraeri.
8 Mukama ajude okusasira nekisa,
Alwawo okusunguwala, alina okusonyiwa okungi.
9 Talinenya enaku zona;
So taliba (na busungu) mirembe gyona.
10 Tatukoze ngebibi byafe bwebiri,
So tatusasude ngebikolwa byafe ebitali bya butukirivu bwebiri.
11 Kuba egulu nga bweriri wagulu okusinga ensi,
Nokusasirakwe bwekuli okungi bwekutyo eri abo abamutya.
12 Ebuvanjuba nebugwanjuba bwebiri ewala,
Bwatyo bwatutade ewala ebyonono byafe.
13 Nga kitabwe bwasasira abanabe,
Ne Mukama bwasasira bwatyo abamutya.
14 Kubanga amanyi omubiri gwafe;
Ajukira nga fe tuli nfufu.
15 Omuntu, enakuze ziri ngomudo;
Ngekimuli ekyomunsiko, bwayera bwatyo.

Kubanga empewo zikikuntako, nekiba nga kigenze ; 16
Nekifo kyakyo tekirikimanya nate.
Naye okusasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyona era kulituka mu mirembe gyona eri abamutya, 17
Nobutukirivubwe eri abana babana ;
Eri abo abakwata endaganoye, 18
Neri abo abajukira ebiragirobye okubikola.
Mukama yanyuweza entebeye mu gulu ; 19
Nobwakabakabwe bufuga byona.
Mumwebaze Mukama, mwe bamalaikabe : 20
Mwe abazira abamanyi, abatukiriza ekigambokye,
Nga muwulira edobozi eryekigambokye.
Mumwebaze Mukama, mwe mwena egyerye ; 21
Abawerezabe, abakola byayagala.
Mumwebaze Mukama, mwe mwena emirimugye, 22
Mu bifo byona byafugiramu :
Webaze Mukama, gwe ememe yange.

104

Webaze Mukama, gwe ememe yange. 1
Ai Mukama Katonda wange, oli mukulu nyo ;
Oyambade ekitibwa nobukulu.
Eyebika nomusana ngekyambalo ; 2
Atimba egulu ngegigi :
Asimba empagi ezenjuze mu ma'zi ; 3
Afula ebire egaliye ;
Atambulira ku biwawatiro byempewo :
Afula ababakabe empewo ; 4
Nabawerezabe omuliro ogwaka :
Eyasimba emisingi gyensi, 5
Ereme okusagasagana emirembe gyona.
Wagibikako enyanja ngekyambalo ; 6
Ama'zi negaimirira wagulu wensozi.

7 Gwe bwewanenya negaduka ;
Edobozi eryokubwatukakwo bweryawulirwa neganguwa okugenda ;
8 Galinya ku nsozi, gaserengetera mu biwonvu,
Negatuka mu kifo kyewagatekerawo.
9 Wagalagira ensalo gyegatainza kusukako ;
Galeme okuda nate okubika kunsi.
10 Aleta enzi'zi mu biwonvu ;
Zikulukuta mu nsozi :
11 Zinywesa ensolo zona ezomunsiko ;
Entulege ziwona enyonta.
12 Enyonyi ezomugulu kwezitula kwezo,
Ziimbira mu matabi.
13 Afukirira ama'zi ensozi ngaima mu njuze :
Ensi ne'kuta ebibala ebyemirimugyo.
14 Amereza ente esubi,
Nomudo okuwereza abantu ;
Balyoke bagye emere mu taka ;
15 Nomwenge ogusanyusa omutima gwabantu,
Namafuta ganyirize amasoge,
Nemere emuwa omuntu amānyi omutimagwe.
16 Emiti gya Mukama gi'kuta ;
Emivule gya Lebanoni gyeyasimba ;
17 Enyonyi gyezikoleramu ebisu byazo :
Kasida, emiberosi ye nyumbaye.
18 Ensozi empanvu ziba za mbulabuzi ;
Amainja kye kidukiro kyobumyu.
19 Yatekerawo omwezi ebiro :
Enjuba emanyi okugwa kwayo.
20 Gwoleta ekizikiza, ekiro nekibawo ;
Ensolo zona ezomukibira mwezifulumira nga zisoba.
21 Empologoma ento zivumira gyezinalya,
Era zinonya emere yazo eri Katonda.
22 Enjuba nevayo, nezigenda,
Nezebaka mu mpuko zazo.
23 Abantu nebagenda ku mulimu gwabwe
Nokutegana kwabwe okutusa akawungezi.

Ai Mukama, emirimugyo nga gya ngeri nyingi ! 24
Wagikola gyona mu magezi :
Ensi ejude obugagabwo.
Enyanja eri, enene engazi, 25
Omuli ebyewalula ebitabalikika,
Ebisolo ebitono era nebinene.
Eri amato gyegaitako ; 26
Lukwata mwali, gwewakola okuzanyira omwo.
Ebyo byona bikulindirira gwe, 27
Obiwe emere yabyo mu ntuko zayo.
Gyobiwa gyebikung'anya ; 28
Oyanjuluza engalo, nebikuta ebirungi.
Okisa amasogo, nebyeralikirira : 29
Obigyamu omuka gwabyo, nebifa,
Nebida mu nfufu yabyo.
Otuma omwoyogwo, nebitondebwa ; 30
Era ofula obugya amaso getaka.
Ekitibwa kya Mukama kibere kya kuberera ; 31
Mukama asanyukire emirimugye :
Atunulira ensi, nekankana ; 32
Akwata ku nsozi, nezinyoka.
Ndiimbira Mukama nga nkyali mulamu : 33
Ndiimba okutendereza Katonda wange nga nkyaliwo.
Okulowoza kwange kumuwomere : 34
Ndisanyukira Mukama.
Ababi bazikirire bagwewo kunsi, 35
Abononye baleme okuberawo nate.
Webaze Mukama, gwe ememe yange.
Mumutendereze Mukama.

105

Mumwebaze Mukama, mukabire erinyalye ; 1
Mumanyise ebikolwabye mu mawanga.
Mumuimbire, muimbe okumutendereza ; 2
Mwogere ku byamagerobye byona.
Mwenyumirize olwerinyalye etukuvu : 3

Omutima gwabo abanonya Mukama gusanyuke.
4 Munonye Mukama namanyige ;
Munonye amasoge enaku zona.
5 Mujukire ebyamagerobye byeyakola ;
Ebyekitalobye, nemisango egyakamwake ;
6 Mwe ezade lya Ibulaimu omuduwe,
Mwe abana ba Yakobo, abalondebe.
7 Oyo ye Mukama Katonda wafe :
Emisangogye gibuna ensi zona.
8 Ajukira endaganoye enaku zona,
Ekigambo kyeyalagira emirembe olukumi ;
9 (Endagano) gyeyalagana ne Ibulaimu,
Nekirairo kyeyalairira Isaka ;
10 Nekyo nakinyuweza eri Yakobo okuba eteka,
Eri Isiraeri, okuba endagano eterigwawo :
11 Ngayogera nti Gwe ndiwa ensi ya Kanani,
Omugabo ogwobusika bwamwe :
12 Bwebali abantu abatono omuwendo gwabwe :
Wewawo, abatono enyo, era abo batambuze omwo ;
13 Nebatambulatambula mu mawanga amalala amalala,
Nga bava mu bwakabaka nebagukira mu bantu abalala.
14 Teyaganya muntu kubonona ;
Wewawo, yanenya bakabaka kulwabwe ;
15 (Ngayogera nti) Temukwatanga kwabo benafukako amafuta.
So temukolanga bubi banabi bange.
16 Naita enjala (okugwa) kunsi ;
Namenya omugo (gwabwe) gwona, ye mere (yabwe).
17 Yabakulembeza omuntu :
Yusufu yatundibwa okuba omudu :
18 Ebigerebye babirumya enjegere ;
Yagalamira ngasibidwa nebyuma :
19 Okutusa ekigambokye lwekyatukirira ;
Ekigambo kya Mukama kyamukema.

Kabaka yatuma namusumulula ; 20
Ye yafuga amawanga, namutera dala.
Namufula omukulu wenyumbaye, 21
Namuteresa ebintubye byona :
Okusiba abalangirabe bwayagala, 22
Nokuigiriza amagezi abakadebe.
Era ne Isiraeri naja mu Misiri ; 23
Yakobo natula munsi ya Kamu.
Nayongera nyo abantube, 24
Nabawa amanyi okusinga abalabe babwe.
Nakyusa omutima gwabwe okukyawa abantube, 25
Okukusakusa abadube.
Natuma Musa omuduwe, 26
(Ne) Aloni gweyalonda.
Neba'sa mubo obubonerobwe, 27
Nebyamagero munsi ya Kamu.
Naleta ekizikiza, ekizikiza nekikwata ; 28
Nebatajemera bigambobye.
Nafula ama'zi gabwe omusai, 29
Na'ta ebyenyanja byabwe.
Ensi yabwe ne'jula ebikere, 30
Munju za bakabaka babwe.
Nayogera, ebitole ebyensowera nebija, 31
Nensekere mu nsalo zabwe zona.
Nabawa omuzira mu kifo kyenkuba, 32
Nomuliro ogwaka munsi yabwe.
Era nakuba nemizabibu nemitini gyabwe ; 33
Namenya emiti egyomunsalo zabwe.
Nayogera, enzige nezija, 34
Nobuwuka, era ebyo tebyabalikika omuwendo gwabyo,
Nebirya buli mudo ogwali munsi yabwe, 35
Nebirya ebibala ebyetaka lyabwe.
Era nakuba nababeryeberye bona abāli munsi 36 yabwe,
Abali basinga amānyi mu bazira babwe bona.
Nabagyamu nga balina efeza nezabu : 37
So tewali muntu munafu omu mu bikabye.

38 Emisiri nesanyuka bwebagenda ;
Kubanga entisa yabwe yali ebagudeko.
39 Nayanjuluza ekire okubabikako ;
Nomuliro gubakire ekiro.
40 Nebasaba, naleta obugubi,
Naba'kusa emere eyomugulu.
41 Nayasa ejinja, ama'zi negatirika ;
Negakulukuta mu bifo ebikalu ngomuga.
42 Kubanga yajukira ekigambokye ekitukuvu,
(Ne) Ibulaimu omuduwe.
43 Nagyamu abantube nesanyu,
Nabalondebe nokuimba.
44 Nabawa ensi ezamawanga ;
Nebatwala nebalya emirimu egyamawanga :
45 Balyoke bakwate ebiragirobye,
Bekume amatekage.
Mumutendereze Mukama.

106

1 Mumutendereze Mukama.
Kale mumwebaze Mukama ; kubanga mulungi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
2 Ani ainza okwatula ebikolwa ebyamanyi ebya Mukama,
Oba okwolesa etendolye lyona ?
3 Balina omukisa abakwata omusango,
Noyo akola ebyobutukirivu mu biro byona.
4 Onjijukire, ai Mukama, nekisa kyolina eri abantubo ;
Nkwegairide, onjijire nobulokozibwo :
5 Ndabe abalondebo nga balaba omukisa,
Nsanyukire esanyu eryegwangalyo,
Nenyumirize wamu nobusikabwo.
6 Twayonona fe ne bajaja bafe,
Twakola ebitali bya butukirivu, twakola obubi.

Bajaja bafe tebategera bya magerobyo mu Misiri; 7
Nebatajukira kusasirakwo okungi ;
Naye nebajemera ku nyanja, ku Nyanja Emyufu.
Era naye nabalokola olwerinyalye, 8
Amanyise obuinzabwe obungi.
Era nanenya Enyanja Emyufu, nekalirira : 9
Awo nabaisa mu buziba, nga mu lukola.
Nabalokola eri omukono gwoyo eyabakyawa, 10
Nabanunula mu mukono gwomulabe.
Ama'zi negabika ku balabe babwe : 11
Newatasigala nomu.
Nebalyoka bakiriza ebigambobye ; 12
Nebaimba okumutendereza.
Berabira mangu emirimugye ; 13
Tebalindirira kutesakwe :
Naye nebegombera nyo mu lukola, 14
Nebakemera Katonda mu dungu.
Nabawa byebasaba ; 15
Naye naleta obuko'vu mu meme yabwe.
Era obugya nebubakwata eri Musa mu lusisira, 16
Ne Aloni omutukuvu wa Mukama.
Ensi neyasama nemira Dasani, 17
Nebika'ku kibina kya Abiramu.
Nomuliro negwaka mu kibina kyabwe ; 18
Enimi zagwo nezokya ababi.
Nebakolera enyana mu Kolebu, 19
Nebasinza ekifananyi ekisanuse.
Bwebatyo nebawanyisa ekitibwa kyabwe 20
Okuba ekifananyi kyente erya omudo.
Neberabira Katonda omulokozi wabwe, 21
Eyakolera ebikulu mu Misiri ;
Ebyamagero munsi ya Kamu, 22
Nebyentisa ku Nyanja Emyufu.
Kyeyava ayogera ngalibazikiriza, 23
Singa Musa omulondewe teyaimirira mu masoge mu kituli,
Oku'zayo obusungubwe, aleme okubazikiriza.
Wewawo, banyoma ensi eyokwesima, 24

Tebakiriza kigambokye ;
25 Naye nebemulugunya mu wema zabwe,
Nebatawulira dobozi lya Mukama.
26 Kyeyava aimusa omukonogwe gyebali,
Ngalibasulira mu lukola :
27 Era ngaligwisa ezade yabwe mu mawanga,
Era ngalibasasanya munsi.
28 Era nebegata ne Baali-Peola,
Nebalya esadaka ezabafu.
29 Bwebatyo bwebamusunguwaza nebikolwa byabwe ;
Kawumpuli nagwa mubo.
30 Finekasi nalyoka aimirira natukiriza omusango :
Kawumpuli naziizibwa bwatyo.
31 Ekyo nekimubalirwa okuba obutukirivu,
Okutusa emirembe gyona egitaligwawo.
32 Era nebamunyigiza ku ma'zi Agemeriba,
Nokulaba Musa nalaba obubi kulwabwe :
33 Kubanga bali bagala okujemera omwoyogwe,
Nayogera ebitali bya magezi nemimwagye.
34 Tebazikiriza mawanga,
Nga Mukama byeyabalagira ;
35 Naye nebegata namawanga,
Nebaiga emirimu gyabwe :
36 Nebawereza ebifananyi byabwe ;
Ebyabafukira ekyambika.
37 Wewawo, bawangayo batabani babwe ne bawala babwe eri basetani.
38 Nebayiwa omusai ogutaliko kabi, gwe musai gwa batabani babwe ne bawala babwe,
Bebawangayo eri ebifananyi bya Kanani ;
Ensi neyononeka nomusai.
39 Bwebatyo nebabako empitambi olwemirimu gyabwe,
Nebagenda bayenda mu bikolwa byabwe.
40 Obusungu bwa Mukama kyebwava bwaka eri abantube,
Natamwa obusikabwe.

Nabawayo mu mukono gwamawanga ; 41
Nabo ababakyawa nebabafuga.
Era abalabe babwe nebabajoga, 42
Nebajemulwa wansi womukono gwabwe.
Emirundi emingi yabawonya ; 43
Naye nebagala okujema mu kutesa kwabwe,
Nebajezebwa mu butali butukirivu bwabwe.
Era naye natunulira enaku zabwe, 44
Bweyawulira okukaba kwabwe :
Nabajukirira endaganoye, 45
Neyejusa ngokusasirakwe bwekuli okungi.
Era nababasasiza 46
Bona ababatwalanga mu busibe.
Otulokole, ai Mukama Katonda wafe, 47
Otukung'anye tuve mu mawanga,
Okwebaza erinyalyo etukuvu,
Nokujaguliza etendolyo.
Yebazibwe Mukama, Katonda wa Isiraeri, 48
Okuva emirembe gyona okutuka mu mirembe gyona.
Era abantu bona bogere nti Amina.
Mumutendereze Mukama.

107

Mumwebaze Mukama ; kubanga mulungi : 1
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Abanunule ba Mukama bogere (bwebatyo), 2
Beyanunula mu mukono gwomulabe ;
Nabakung'anya munsi (nyingi), 3
Mu buvanjuba ne mu bugwanjuba,
Mu bukika obwa kono ne mu bwadyo.
Bakyamira mu lukola mu kubo omutali bantu ; 4
Nebatalaba kibuga kya kutulamu.
Balumibwa enjala nenyonta, 5
Ememe yabwe nezirika mubo.

6 Nebalyoka bamukabira Mukama mu naku zabwe,
Nabawonya mu kweralikirira kwabwe.
7 Era nabalung'amiza mu kubo egolokofu,
Batuke mu kibuga ekyokutulamu.
8 Kale singa abantu batendereza Mukama olwobulungibwe,
Nolwebyamagerobye eri abana babantu!
9 Kubanga a'kusa ememe eyegomba,
Nememe erumwa enyonta agijuza ebirungi.
10 Abo abātula mu kizikiza ne mu kisikirize ekyokufa,
Nga basibibwa nenaku nekyuma;
11 Kubanga bajemera ebigambo bya Katonda,
Nebanyoma okutesa kwoyo ali wagulu enyo:
12 Kyeyava azitoya omutima gwabwe nokutegana;
Nebagwa, songa siwali anababera.
13 Nebalyoka bamukabira Mukama mu naku zabwe,
Nabalokola mu kweralikirira kwabwe.
14 Nabagya mu kizikiza nekisikirize ekyokufa,
Namenyamenya enjegere zabwe.
15 Kale singa abantu batendereza Mukama olwobulungibwe,
Nolwebyamagerobye eri abana babantu!
16 Kubanga yamenya enzigi ezebikomo,
Natemera dala ebisiba ebyebyuma.
17 Abasirusiru olwokwonona kwabwe,
Nolwobutali butukirivu bwabwe, babonyabonyezebwa.
18 Ememe yabwe etamwa emere yona yona;
Nebasemberera emiryango egyokufa.
19 Nebalyoka bamukabira Mukama mu naku zabwe,
Nabalokola mu kweralikirira kwabwe.
20 Atuma ekigambokye, nabawonya,
Nabagya mu kuzikirira kwabwe.
21 Kale singa abantu batendereza Mukama olwobulungibwe,
Nolwebyamagerobye eri abana babantu!
22 Era baweyo esadaka ezokwebaza,

Era batendere ebikolwabye nokuimba.
Abaserengetera ku nyanja mu mato, 23
Abakola emirimu awali ama'zi amangi ;
Abo balaba ebikolwa bya Mukama, 24
Nebyamagerobye mu buziba.
Kubanga alagira, nakunsa omuyaga, 25
Oguimusa amayengo gabwo.
Balinya mu gulu, neba'ka nate mu dubi : 26
Ememe yabwe esanuka olwenaku.
Besunda eruwi neruwi, era batagata ngomuta- 27
mivu,
Namagezi gona nga gababuze.
Nebalyoka bamukabira Mukama mu naku zabwe, 28
Nabagya mu kweralikirira kwabwe.
Alaza omuyaga, 29
Amayengo gagwo negateka.
Nebalyoka basanyuka kubanga bawumula ; 30
Nalyoka abaleta mu mwalo gwebagala okutukamu.
Kale singa abantu batendereza Mukama olwobu- 31
lungibwe,
Nolwebyamagerobye eri abana babantu !
Era bamugulumize mu kung'aniro eryabantu, 32
Era bamutendereze awali ekituti ekyabakade.
Afula emiga olukola, 33
Nenzi'zi (azifula) etaka ekalu ;
Ensi ebala (agifula) olukola olwomunyo, 34
Olwobubi bwabo abatula omwo.
Olukola alufula ekidiba ekyama'zi, 35
Nensi enkalu ensulo ezama'zi.
Omwo mwatuza abalumwa enjala, 36
Balongose ekibuga ekyokutulamu ;
Era basige enimiro, basimbe emizabibu, 37
Befunire ebibala ebyekyengera.
Era nabawa omukisa, nokweyongera nebeyongera 38
nyo ;
Nataganya nte zabwe okukendera.
Nate, nebawebuka nebajezebwa 39
Olwokujogebwa, nokweralikirira, nokunakuwala.

40 Anyomesa nyo abalangira,
Era abakyamiza mu nsiko omutali kubo.
41 Era naye agulumiza omwavu okuva mu naku,
Namukolera ebika ngekisibo.
42 Abatukirivu balibiraba, balisanyuka;
Nobutali butukirivu bwona buliziba akamwa kabwo.
43 Buli alina amagezi alibirowoza ebyo,
Era balifumitiriza okusasira kwa Mukama.

108

Oluimba, zabuli ya Daudi.

1 Omutima gwange gunyuwede, ai Katonda;
Naimba, wewawo, naimba okutendereza, naimba nekitibwa kyange.
2 Muzukuke, mwe amadinda nenanga:
Nze nakera nyo okuzukuka.
3 Ndikwebaza gwe, ai Mukama, mu mawanga:
Era ndiimba okukutendereza mu bantu.
4 Kubanga okusasirakwo kungi, kusinga egulu,
Namazimago (gatuka) mu gulu.
5 Ogulumizibwe, ai Katonda, okusinga egulu:
Nekitibwakyo okusinga ensi zona.
6 Muganziwo alyoke awone,
Olokole nomukonogwo ogwadyo, otudemu.
7 Katonda yayogera mu butukuvubwe nti Ndijaguza:
Ndisala mu Sekemu, era ndigabagaba ekiwonvu ekya Sukosi.
8 Gireada wange; Manase wange;
Eferaimu naye yakuma omutwe gwange;
Yuda gwe mugo gwange ǒgwobwakabaka.
9 Moabu kye kyokunabiramu kyange;
Edomu ndimukasukira engato yange:
Ndyogerera wagulu ku Firisitiya.
10 Ani alinyingiza mu kibuga ekyamanyi?
Ani eyandeta mu Edomu?

Totusude, ai Katonda? 11
So totabala, ai Katonda, negye lyafe.
Otubere eri omulabe: 12
Kubanga okubera kwabantu tekulimu.
Katonda yalitukoza ebyobuzira: 13
Kubanga oyo yalirinyirira ku balabe bafe.

109

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

Tosirika, ai Katonda gwentendereza; 1
Kubanga akamwa kababi nakamwa kobulimba 2
bakanjasamide:
Bogede nange nolulimi olulimba.
Era banetolola nebigambo ebyokukyawa 3
Nebalwana nange awatali nsonga
Olwokwagala kwange bafuse balabe bange: 4
Naye nze nsaba.
Era bansasude obubi olwobulungi, 5
Nokukyawa olwokwagala kwange.
Omukuzeko omuntu omubi: 6
Omulabe aimirirenga ku mukonogwe ogwadyo.
Bwasalirwa omusango, afulume nga gumusinze; 7
Era okusabakwe kufuke ekibi.
Enakuze zibe ntono; 8
Omulala alye obukulubwe.
Abanabe babe nga tebalina kitabwe, 9
Ne mukaziwe munamwandu.
Abanabe babe batambuzetambuze, basabirizenga; 10
Banonyenga emere mu bifo byabwe ebyazika.
Omunyazi atege byona byalina; 11
Batamanyi banyagenyage emirimugye.
Anamwongerako ekisa amubule; 12
Anasasira abanabe nga tebalina kitabwe naye abule.
Ezaderye lizikirizibwe; 13
Mu mirembe egirija amanya gabwe gasangulibwe.

14 Obutali butukirivu bwa bajajabe bujukirwe eri Mukama;
So ekibi kya nyina kireme okusangulibwa.
15 Bibere mu maso ga Mukama enaku zona,
Azikirize okujukirwa kwabwe kunsi.
16 Kubanga teyajukira kusasira,
Naye naiganya omuntu omwavu eyetaga,
Noyo eyalina omutima ogumenyese, okuba'ta.
17 Wewawo, yayagala okukolima, nekutuka gyali;
So teyasanyukira kusaba mukisa, negumuba wala.
18 Era yayambala okukolima ngekyambalokye,
Nekuingira mundaye ngama'zi,
Era ngamafuta mu magumbage.
19 Kube gyali ngekyambalo kyayambala,
Era kube ngolukoba lweyesiba enaku zona.
20 Eyo ye mpera eyabalabe bange eva eri Mukama,
Nabo abogera obubi ku meme yange.
21 Naye olongose ebyange, ai Katonda Mukama, olwerinyalyo:
Kubanga okusasirakwo kulungi, omponye,
22 Kubanga nze mwavu, netaga,
Nomutima gwange gufumitidwa munda yange.
23 Ng'endede dala ngekisikirize bwekigwawo:
Nkung'unta ngenzige.
24 Amavivi gange ganafuwade olwokusiba;
Nomubiri gwange guwebuse obutageja.
25 Era nfuse ekivume gyebali:
Bwebandaba, banyenya omutwe gwabwe.
26 Ombere, ai Mukama Katonda wange;
Nkwegairide ondokole ngokusasirakwo bwekuli.
27 Balyoke bategere ngogwo gwe mukonogwo:
Nga gwe, Mukama, wakikola.
28 Bo bakolime, naye gwompe omukisa:
Bwebaligolokoka, balikwatibwa ensoniyi, naye omuduwo alisanyuka.
29 Abalabe bange bambale okuswazibwa,
Era bebike ensonyi zabwe ngekikunta.
30 Ndimwebaza nyo Mukama nakamwa kange;

Wewawo, ndimutendereza mu kibina.
Kubanga aliimirira ku mukono ogwadyo ogwo- 31
mwavu,
Okumulokola eri abo abasalira omusango eme-
meye.

110

Zabuli ya Daudi.

Mukama amugamba mukama wange nti Tula ku 1
mukono gwange ogwadyo,
Okutusa lwendifula abalabebo entebe yebigerebyo.
Mukama alisindika omugo ogwamānyigo okuva 2
mu Sayuni:
Gwe fugira wakati mu balabebo.
Abantubo bewayo nomwoyo ogutawalirizibwa ku 3
lunaku olwobuinzabwo:
Mu bulungi obwobutukuvu, olina omusulo ogwo-
buvubukabwo,
Oguva mu lubuto lwenkya.
Mukama yalaira, so talyejusa, 4
Nti Gwoli kabona emirembe gyona
Ngengeri ya Merekizedeka bweri.
Mukama ku mukonogwo ogwadyo 5
Alifumita bakabaka ku lunaku olwobusungubwe.
Alisala emisango mu mawanga, 6
Alijuza (ebifo) emirambo;
Alifumita omutwe munsi enyingi.
Alinywa ku nsulo eri mu kubo: 7
Kyaliva aimusa omutwe.

111

Mumutendereze Mukama. 1
Ndimwebaza Mukama nomutima gwange gwona,
Mu kibina ekyabatukirivu abatesa, ne mu ku-
ng'aniro.

2 Emirimu gya Mukama mikulu,
Ginonyezebwa abo bona abagisanyukira.
3 Omulimugwe gwa kitibwa, gwa bukulu:
Nobutukirivubwe buberera emirembe gyona.
4 Ajukizi'za emirimugye egyekitalo:
Mukama wa kisa, ajude okusasira.
5 Abawa emere abo abamutya:
Alijukira endaganoye emirembe gyona.
6 Alaze abantube obuinza obwemirimugye,
Ngabawa obusika obwamawanga.
7 Emirimu egyemikonogye ge mazima nomusango;
Ebiragirobye byona binyuwera.
8 Bitekebwawo emirembe nemirembe,
Bikolebwa mu mazima nobutukirivu.
9 Yabawa abantube okununulwa;
Yalagira endaganoye emirembe gyona:
Erinyalye tukuvu, lya kitibwa.
10 Mu kutya Mukama amagezi mwegasokera;
Balina okutegera okulungi bona abakola bwebatyo;
Etendolye liberera emirembe gyona.

112

1 Mumutendereze Mukama.
Alina omukisa oyo atya Mukama,
Asanyukira enyo amatekage.
2 Ezaderye liriba lya mānyi kunsi:
Ezade lyabatukirivu liriba nomukisa.
3 Ebintu nobugaga biri mu nyumbaye:
Nobutukirivubwe buberera emirembe gyona.
4 Eri omutukirivu omusana'guja awali ekizikiza:
Oyo wa kisa, ajude okusasira, era ye mutukirivu.
5 Alaba ebirungi oyo akola ebyekisa, awola;
Alinyuweza ensongaye bwalisalirwa omusango.
6 Kubanga talisagasagana emirembe gyona;
Omutukirivu alijukirwa enaku zona ezitaligwawo.

Talitya bigambo bya bubi : 7
Omutimagwe gunyuwera, nga gwesiga Mukama.
Omutimagwe guterera, talitya, 8
Okutusa lwaliraba (byayagala nga bituse) ku balabebe.
Agabye, abawade abavu ; 9
Obutukirivubwe buberera emirembe gyona :
Ejemberye lirigulumizibwa nekitibwa.
Omubi alibiraba, alirumwa omwoyo ; 10
Aliruma obujigi namanyoge, alinyolwa :
Omubi byayagala birifa.

113

Mumutendereze Mukama. 1
Mutendereze, mwe abadu ba Mukama,
Mutendereze erinya lya Mukama.
Erinya lya Mukama lyebazibwe 2
Okuva lero okutusa emirembe gyona.
Okuva mu buvanjuba okutuka mu bugwanjuba 3
Erinya lya Mukama ligwana okutenderezebwa.
Mukama ali wagulu okusinga amawanga gona, 4
Nekitibwakye okusinga egulu.
Ani afanana nga Mukama Katonda wafe, 5
Alina entebeye wagulu,
Evetowaza okutunulira 6
(Ebiri) mu gulu ne munsi ?
Aimusa omwavu mu nfufu, 7
Agolokosa omunafu mu lubungo ;
Amutuze wamu nabalangira, 8
Wamu nabalangira ababantube.
Atuza munju omukazi omugumba, 9
Namusanyusa ngamuzazi'za abana.
Mumutendereze Mukama.

114

1 Isiraeri bweyava mu Misiri,
Enyumba ya Yakobo mu bantu abolulimi olulala;
2 Yuda nabera awatukuvuwe,
Isiraeri amatwalege.
3 Enyanja neraba ekyo, neduka;
Yolidani nagobebwa okuda enyuma.
4 Ensozi nezibuka ngendiga eza sedume,
Nobusozi obutono ngobuliga.
5 Wali otya, gwe enyanja, okuduka?
Nawe Yolidani, (okuda) enyuma?
6 Mwe ensozi, okubuka ngendiga eza sedume;
Mwe obusozi obutono, ngobuliga?
7 Kankana, gwe ensi, awali Mukama,
Awali Katonda wa Yakobo;
8 Eyafula ejinja ekidiba ekyama'zi,
Eryembalebale olu'zi olwama'zi.

115

1 Sife, ai Mukama, sife
Wabula erinyalyo lye ligwana okuwebwa ekitibwa
Olwokusasirakwo, nolwamazimago.
2 Kiki ekinaba kibogeza abamawanga
Nti Katonda wabwe alirudawa kakano?
3 Naye Katonda wafe ali mu gulu:
Akoze byeyayagala byona.
4 Ebifananyi byabwe ye feza, ye zabu,
Omulimu ogwemikono gyabantu.
5 Birina obumwa, naye tebyogera;
Birina amaso, naye tebiraba;
6 Birina amatu, naye tebiwulira;
Birina enyindo, naye tebiwunyiriza;
7 Birina engalo, naye tebizikwasa (kintu);
Birina ebigere, naye tebitambula;
So tebyogeza bulago bwabyo.

Ababikola balibifanana ; 8
Wewawo, buli abyesiga.
Gwe Isiraeri, wesige Mukama ; 9
Ye mubezi wabwe, ye ngabo yabwe.
Gwe enyumba ya Aloni, mwesige Mukama : 10
Ye mubezi wabwe, ye ngabo yabwe.
Mwe abamutya Mukama, mwesige Mukama : 11
Ye mubezi wabwe, ye ngabo yabwe.
Mukama atujukide ; alituwa omukisa ; 12
Aligiwa omukisa enyumba ya Isiraeri ;
Aligiwa omukisa enyumba ya Aloni.
Alibawa omukisa abo abamutya Mukama, 13
Abato era nabakulu.
Mukama ayongerenga bulijo okubāza 14
Mwe nabana bamwe.
Mwe muweredwa Mukama omukisa, 15
Eyakola egulu nensi.
Egulu lye gulu lya Mukama ; 16
Naye ensi yagiwa abana babantu.
Abafu tebatendereza Mukama, 17
Newakubade abo bona aba'ka mu kusirika ;
Naye fe tulimwebaza Mukama 18
Okuva lero okutusa emirembe gyona.
Mumutendereze Mukama.

116

'Mwagala Mukama, kubanga awulide 1
Edobozi lyange nokwegairira kwange.
Kubanga antegede okutu, 2
Kyenava mukowolanga nga nkyali mulamu.
Emigwa egyokufa gyansiba, 3
Nokulumwa kwamagombe kwankwata :
Nindaba enaku nokutegana.
Nindyoka nkowola erinya lya Mukama ; 4
Nti Ai Mukama, nkwegairide, omponye ememe yange.

5 Mukama wa kisa, era mutukirivu ;
Wewawo, Katonda wafe alina okusasira.
6 Mukama akuma abo abatalina nkwe :
Najezebwa, nandokola.
7 Komawo mu kiwumulokyo, gwe ememe yange ;
Kubanga Mukama akukolede ebyekisa ekingi.
8 Kubanga omponye'za ememe yange okufa,
Amaso gange obutakaba maziga,
Nebigere byange obutagwa.
9 Natambuliranga mu maso ga Mukama
Munsi yabalamu.
10 Nzikiriza, kubanga ndyogera :
Nabonyabonyezebwa nyo :
11 Ninjogera nga nyanguwa
Nti Abantu bona bulimba.
12 Kiki kyendisasula Mukama
Olwebirungibye byona eri nze ?
13 Nditola akaleku akobulokozi,
Era ndikabira erinya lya Mukama.
14 Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama,
Wewawo, mu maso gabantube bona.
15 Okufa kwabatuvukube
Kwa muwendo mungi mu maso ga Mukama.
16 Ai Mukama, mazima nze muduwo :
Nze muduwo, era omwana womuzanawo ;
Osumulude ebyansiba.
17 Ndikuwa sadaka eyokwebaza,
Era ndikabira erinya lya Mukama.
18 Ndisasula obweyamo bwange eri Mukama,
Wewawo, mu maso gabantube bona ;
19 Mumpya zenyumba ya Mukama,
Wakati mugwe, gwe Yerusalemi.
Mumutendereze Mukama.

117

1 Mumutendereze Mukama, mwe amawanga gona ;
Mumugulumize, mwe abantu bona.

Kubanga okusasirakwe kungi eri fe: 2
Namazima ga Mukama (gaberera) emirembe gyona.
Mumutendereze Mukama.

118

Mumwebaze Mukama; kubanga mulungi: 1
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Isiraeri ayogere kakano 2
Nti okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Enyumba ya Aloni eyogere kakano 3
Nti okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Abo abamutya Mukama bogere kakano 4
Nti okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Bwenali mu naku nnkabira Mukama: 5
Mukama nanjitaba, (nanteka) mu kifo ekigazi.
Mukama ali ku luwi lwange; siritya: 6
Abantu bainza kunkola ki?
Mukama ali ku luwi lwange mwabo abambera: 7
Kyendiva ndaba (byenjagala nga bituse) kwabo abankyaye.
Kirungi okwesiga Mukama 8
Okusinga okusubira abantu.
Kirungi okwesiga Mukama 9
Okusinga okusubira abalangira.
Amawanga gona ganetolode: 10
Mu linya lya Mukama ndigazikiriza.
Ganetolode; wewawo, ganetolode: 11
Mu linya lya Mukama ndigazikiriza.
Banetolode ngenjuki; bazikide ngomuliro ogwo- 12
mumagwa:
Mu linya lya Mukama ndibazikiriza.
Wansoya nyo okungwisa: 13
Naye Mukama nambera.
Mukama ge mānyi gange, lwe luimba lwange; 14
Era yafuse obulokozi bwange.

15 Edobozi eryesanyu era eryobulokozi liri mu
wema ezabatukirivu ;
Omukono ogwadyo ogwa Mukama gukola ebyo-
buzira.
16 Omukono ogwadyo ogwa Mukama gugulumizi-
bwa :
Omukono ogwadyo ogwa Mukama gukola ebyo-
buzira.
17 Sirifa, naye ndibera mulamu,
Era ndibulira emirimu gya Mukama.
18 Mukama ambonereze'za nyo :
Naye tangabulanga eri okufa.
19 Munzigulirewo enzigi ezobutukirivu :
Naziingiramu, ninebaza Mukama.
20 Olwo lwe lugi lwa Mukama ;
Abatukirivu be baliingiramu.
21 Ndikwebaza, kubanga onzi'zemu,
Era ofuse obulokozi bwange.
22 Ejinja abazimbi lyebāgana
Lifuse ekulu eryokunsonda.
23 Ekyo Mukama ye yakikola ;
Kya kitalo mu maso gafe.
24 Luno lwe lunaku Mukama lweyakola ;
Tunasanyuka, tunajaguliza okwo.
25 Olokole kakano, tukwegairide, ai Mukama :
Ai Mukama, tukwegairide, owereze omukisa ka-
kano.
26 Alina omukisa oyo aja mu linya lya Mukama :
Tubasabide omukisa nga tuima mu nyumba ya
Mukama.
27 Mukama ye Katonda, era atuwade omusana :
Musibe sadaka nemigwa, musibe ku mayembe
gekyoto.
28 Gwoli Katonda wange, nange ndikwebaza :
Gwoli Katonda wange, ndikugulumiza.
29 Kale mumwebaze Mukama ; kubanga mulungi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe
gyona.

119

א ALEFU

Balina omukisa abo abatukirira mu kubo, 1
Abatambulira mu mateka ga Mukama.
Balina omukisa abo abekuma byeyategeza, 2
Abamunonya nomutima gwona.
Wewawo, abo tebakola ebitali bya butukirivu; 3
Batambulira mu makuboge.
Watukutira ebiragirobyo, 4
Tubikwate nyo.
Singa amakubo gange ganyuwede 5
Okukwata amatekago!
Bwentyo bwesirikwatibwa nsonyi, 6
Bwendirowoza byewalagira byona.
Ndikwebaza nomutima ogutalina bukusa, 7
Bwendiba nga njize emisangogyo egyensonga.
Nakwatanga amatekago: 8
Nkwegairide, tondekera dala.

ב BESI

Omuvubuka alirongosa atya ekubolye? 9
Nga yegendereza ngekigambokyo bwekiri.
Nomutima gwange gwona nkunonye'za: 10
Nkwegairide, neme okukyama okuleka byewalagira.
Nterese ekigambokyo mu mutima gwange, 11
Neme okwonona mu masogo.
Webazibwa, ai Mukama: 12
Onjigirize amatekago.
Nemimwa gyange mbulide 13
Emisango gyona egyakamwako.
Nsanyukide ekubo lyebyo byewategeza, 14
Nga (asanyukira) obugaga bwona.
Nafumitirizanga ebiragirobyo, 15
Era nalowozanga amakubogo.
Nasanyukiranga amatekago: 16
Siryerabira kigambokyo.

ג GIMERI

17 Onkolere omuduwo ebyekisa ekingi, mbere omulamu;
Bwentyo bwenakwatanga ekigambokyo.
18 Onzibule amaso gange, ndabe
Ebyekitalo ebiva mu matekago.
19 Nze mutambuze munsi:
Tonkisa byewalagira.
20 Ememe yange ekutuse olwokuyayana
Kweyayanira emisangogyo ebiro byona.
21 Onenye'za abamalala abakolimirwa,
Abakyama okuleka byewalagira.
22 Onziyeko okuvumbibwa nokunyomebwa;
Kubanga nekumye byewategeza.
23 Era nabalangira batula nebanjogerako obubi:
(Naye) omuduwo nafumitiriza amatekago.
24 Era byewategeza byensanyukira,
(Era ebyo) be bantu bentesa nabo.

ד DALESI

25 Ememe yange yegase nenfufu:
Onzukize ngekigambokyo bwekiri.
26 Nayatula amakubo gange, nawe nonziramu:
Onjigirize amatekago.
27 Ontegeze ntegere ekubo eryebiragirobyo:
Nendyoka nfumitiriza emirimugyo egyekitalo.
28 Ememe yange esanuse olwokunyikala:
Ompe amanyi ngekigambokyo bwekiri.
29 Onziyeko ekubo eryobulimba:
Era ompe amatekago nekisa.
30 Neroboze'za ekubo eryobwesigwa:
Emisango ngitade (mu maso gange).
31 Negata nebyo byewategeza:
Ai Mukama, tonkwasa nsonyi.
32 Ndidukira mu kubo lyebyo byewalagira,
Bwoligaziya omutima gwange.

ה KE

Onjigirize, ai Mukama, ekubo eryamatekago; 33
Nange ndiryekuma okutusa enkomerero.
Ompe amagezi, nange ndyekuma amatekago; 34
Wewawo, ndigakwata nomutima gwange gwona.
Ompise mu kubo lyebyo byewalagira; 35
Kubanga mweryo mwensanyukira.
Okyuse omutima gwange eri ebyo byewategeza, 36
So si eri kwegomba.
Owunjule amaso gange galeme okulaba ebitalimu, 37
Era onzukize mu makubogo.
Onyuweze ekigambokyo eri omuduwo, 38
Kye kyokukutya gwe.
Ompunjulire ekivume kyentya; 39
Kubanga emisangogyo mirungi.
Laba, negombanga ebiragirobyo: 40
Onzukirize mu butukirivubwo.

ו VAU

Era nokusasirakwo kutuke gyendi, ai Mukama, 41
Bwe bulokozibwo, ngekigambokyo bwekiri.
Bwentyo bwendiba nekyokudamu eri oyo anvu- 42
ma;
Kubanga nesiga ekigambokyo.
So togyiramu dala kigambo kya mazima mu ka- 43
mwa kange;
Kubanga nasubiranga emisangogyo.
Bwentyo bwenakwatanga amatekago enaku zona 44
Emirembe nemirembe.
Era natambula nga neyabya; 45
Kubanga nonye'za ebiragirobyo.
Era ndyogera kwebyo byewategeza mu maso ga 46
bakabaka,
Nesikwatibwa nsonyi.
Era nasanyukiranga ebyo byewalagira, 47
Byenayagalanga.

48 Era ndiimusa engalo zange eri ebyo byewalagira,
byenayagalanga:
Era nafumitirizanga amatekago.

ז ZAINI

49 Ojukire ekigambo eri omuduwo,
Kubanga wansubiza.
50 Eryo lye sanyu lyange bwembonyabonyezebwa:
Kubanga ekigambokyo kinzukizi'za.
51 Abamalala bansekerede nyo:
(Naye) nesekolobya okuva mu matekago.
52 Njijukide emisangogyo egyeda, ai Mukama,
Nenesanyusa.
53 Obusungu obwaka bunkute,
Olwababi abaleka amatekago.
54 Amatekago genyimbirako
Mu nyumba eyokutambula kwange.
55 Najukiranga erinyalyo ekiro,
Era nakwatanga amatekago.
56 Ekigambo kino kyange,
Okukumanga ebiragirobyo.

ח KESI

57 Mukama gwe mugabo gwange:
Nayogera nga ndikwata ebigambobyo.
58 Nasaba ekisakyo nomutima gwange gwona:
Onsasire ngekigambokyo bwekiri.
59 Nalowoza amakubo gange,
Ninkyusa ebigere byange eri ebyo byewategeza.
60 Nayanguwa nesirwawo,
Okukwata ebyo byewalagira.
61 Emigwa egyababi gimbisê;
(Naye) serabide matekago.
62 Mu tumbi nagolokokanga okukwebaza
Olwemisangogyo egyensonga.
63 Nze ndi mune wabo bona abakutya,
Nabo abakwata ebiragirobyo.

Ai Mukama, ensi ejude okusasirakwo: 64
Onjigirize amatekago.

ב TESI

Omukolede ebirungi omuduwo, 65
Ai Mukama, ngekigambokyo bwekiri.
Onjigirize okusala emisango egyensonga nokutegera; 66
Kubanga nakirizanga ebyo byewalagira.
Nga sinabonyabonyezebwa, nakyama; 67
Naye kakano nkwata ekigambokyo.
Oli mulungi, era okola ebirungi; 68
Onjigirize amatekago.
Abamalala banjiyiri'zako ekyobulimba: 69
Nomutima gwange gwona nekumanga ebiragirobyo.
Omutima gwabwe guge'ze ngamasavu; 70
Naye nze nsanyukira amatekago.
Kwangasa okubonyabonyezebwa; 71
Ndyoke njige amatekago.
Amateka gakamwako gampomera nze 72
Okusinga (ebitundu) ebyezabu nefeza enkumi nenkumi.

י YODA

Engalozo ze zankola, ze zamumba: 73
Ompe amagezi, njige ebyo byewalagira.
Abakutya balindaba nebasanyuka; 74
Kubanga nasubiranga ekigambokyo.
Manyi, ai Mukama, ngemisangogyo gya nsonga 75
Era nga wambonyabonya olwobwesigwa.
Nkwegairide, ekisakyo ekirungi kinsanyuse, 76
Ngekigambokyo bwekiri eri omuduwo.
Okusasirakwo okulungi kuje gyendi, mbere omulamu: 77
Kubanga amatekago ge gansanyusa.
Abamalala bakwatibwe ensonyi; kubanga ba'mega awatali nsonga: 78

(Naye) nafumitirizanga ebiragirobyo.
79 Abakutya bankyukire,
Era balitegera byewategeza.
80 Omutima gwange gutukirire mu matekago;
Neme okukwatibwa ensonyi.

כ KAFU

81 Ememe yange ezirise olwobulokozibwo:
(Naye) nsubira ekigambokyo.
82 Amaso gange gakulukuse olwekigambokyo,
Nga njogera nti Olinsanyusa di?
83 Kubanga nfuse ngediba (eriwanikibwa) mu muka;
Naye serabira matekago.
84 Enaku ezomuduwo ziri meka?
Olitukiriza di omusango kwabo abanjiganya?
85 Abamalala bansimide ebinya,
Abatagoberera matekago.
86 Byewalagira byona bya bwesigwa:
Banjiganya awatali nsonga: gwombere.
87 Bābulako katono banzikirize kunsi;
Naye nesireka biragirobyo.
88 Onzukize ngekisakyo ekirungi bwekiri;
Bwentyo bwenakwatanga akamwako byekategeza.

ל LAMEDA

89 Emirembe gyona, ai Mukama,
Ekigambokyo kinyuwerede mu gulu.
90 Obwesigwabwo (buberera) emirembe gyona:
Wanyuweza ensi, nebererawo.
91 Bikyaliwo lero nga bwewalagira;
Kubanga ebintu byona badubo.
92 Singa amatekago sige gansanyusa,
Nandizikiride bwenabonyabonyezebwa.
93 Siryerabira biragirobyo enaku zona;
Kubanga wanzukiza nebyo.

Nze wuwo, ondokole; 94
Kubanga nanonyanga ebiragirobyo.
Ababi banindiride okunzikiriza; 95
(Naye) nze ndirowoza byewategeza.
Ndabye ebintu byona ebyatukirira gyebikoma; 96
(Naye) ekiragirokyo kigazi nyo.

ב MEMU

Amatekago nga ngagala! 97
Ago genfumitiriza okuzibya obude.
Byewalagira bingeziwaza okusinga abalabe bange; 98
Kubanga bali wamu nange enaku zona.
Nina okutegera okusinga abaigiriza bange bona; 99
Kubanga byewategeza byendowoza.
Ntegera okukira abakade, 100
Kubanga nekumanga ebiragirobyo.
Naziizanga ebigere byange (obutatambula) mu 101
kubo ebi lyona,
Ndyoke nkwate ekigambokyo.
Sekolobyanga kuleka misangogyo; 102
Kubanga gwe wanjigiriza.
Ebigambobyo nga bimpomera mu kibuno kya- 103
nge!
Bisinga omubisi gwenjuki mu kamwa kange!
Ebiragirobyo bye binfunya okutegera: 104
Kyenvude nkyawa buli kubo eryobulimba

ג NUNI

Ekigambokyo ye tabaza eri ebigere byange, 105
Nomusana eri ekubo lyange.
Nalaira, era nkikakasi'za kino, 106
Nga ndikwata emisangogyo egyensonga.
Mbonyabonyezebwa nyo; 107
Onzukize, ai Mukama, ngekigambokyo bwekiri.
Okirize, nkwegairide, ebyo akamwa kange bye- 108
kakuwa, ai Mukama, nga tekawalirizibwa,
Era onjigirize emisangogyo.

109 Emewe yange eri mu mukomo gwange enaku zona;
Naye serabira matekago.
110 Ababi bantegede omutego;
Naye sikyamanga kuleka biragirobyo.
111 Byewategeza mbitute okuba obusika obutaligwawo;
Kubanga ebyo bye binsanyusa omutima gwange.
112 Mpese omutima gwange okutukiriza amatekago,
Emirembe gyona, okutusa enkomerero.

ס SAMEKA

113 Mbakyaye abo abalina emyoyo egyobulimba;
Naye amatekago genjagala.
114 Gwoli kifo kyange kyenekwekeramu, nengabo yange:
Nsubira ekigambokyo.
115 Mugende mumbere wala, mwe abakozi bobubi;
Ndyoke nekume Katonda wange byeyalagira.
116 Ompanirire ngekigambokyo bwekiri, mbere omulamu;
Neme okukwatibwa ensonyi olwesubi lyange.
117 Gwompanirire, nange ndiberawo mirembe,
Era negenderezanga amatekago enaku zona.
118 Onyomye abo bona abakyama okuleka amatekago;
Kubanga obukusakusa bwabwe bulimba.
119 Omalawo ababi bona abensi ngamasengere:
Kyenvude njagala ebyo byewategeza.
120 Omubiri gwange gukankana olwokukutya;
Era ntya emisangogyo.

ע AINI

121 Nkoze ebyomusango nebyobutukirivu:
Tondekera abo abanjoga.
122 Weimirire omuduwo olwobulungi:
Abamalala baleme okunjoga.

Amaso gange ganzibye olwobulokozibwo, 123
Nolwekigambokyo ekitukirivu.
Omukole omuduwo ngokusasirakwo bwekuli, 124
Era onjigirize amatekago.
Nze muduwo, ompe okutegera; 125
Ndyoke manye ebyo byewategeza.
Obude butuse Mukama okukola emirimu; 126
(Kubanga)badibi'za amatekago.
Kyenvude njagala ebyo byewalagira 127
Okusinga ezabu, wewawo, okusinga ezabu enungi.
Kyenvude ndowoza ebiragirobyo byona ebyebi- 128
gambo byona nga bya nsonga;
Era nkyaye buli kubo eryobulimba.

ם PE

Byewategeza bya kitalo: 129
Ememe yange kyeva ebyekuma.
Ebigambobyo nga bigulidwawo bireta omusana; 130
Bibawa okutegera abatalina magezi.
Nayasama nyo akamwa kange nimpevuma; 131
Kubanga nayayanira ebyo byewalagira.
Onkyukire, onsasire, 132
Nga bwoisa okubasasira abo abagala erinyalyo.
Olung'amize ebigere byange mu kigambokyo; 133
So obutali butukirivu bwona buleme okunfuga.
Onunule neme okujogebwa abantu: 134
Bwentyo bwenakwatanga ebiragirobyo.
Ogakize amasogo omuduwo; 135
Era onjigirize amatekago.
Amaso gange gakulukuta emiga gyama'zi, 136
Kubanga tebakwata matekago.

ס TISADE

Oli mutukirivu, ai Mukama, 137
Nemisangogyo gya nsonga.
Walagira byewategeza mu butukirivu 138
Ne mu bwesigwa dala dala.
Obugya bwange bunzikirizi'za, 139

Kubanga abalabe bange berabide ebigambobyo.
140 Ekigambokyo kirongofu nyo;
Omuduwo kyava akyagala.
141 Nze ndi muto, nyomebwa:
(Naye) serabira biragirobyo.
142 Obutukirivubwo bwe butukirivu obwemirembe gyona,
Namatekago ge mazima.
143 Enaku nokulumwa bindabye:
(Naye) byewalagira bye binsanyusa.
144 Byewategeza bya butukirivu emirembe gyona:
Ompe okutegera, nange ndibera mulamu.

ק KOFU

145 Nkowode nomutima gwange gwona; ompitabe, ai Mukama:
Nekumanga amatekago.
146 Nkukowode; ondokole,
Nange nakwatanga ebyo byewategeza.
147 Nakera emambya nga tenasala, ninkowola:
Nasubira ebigambobyo.
148 Amaso gange gāsoka ebisisimuka byekiro,
Nfumitirize ekigambokyo.
149 Owulire edobozi lyange ngekisakyo bwekiri:
Onzukize, ai Mukama, ngemisangogyo bwegiri.
150 Basembera abagoberera obubi;
Bagali wala amatekago.
151 Gwoli kumpi, ai Mukama;
Ne byona byewalagira ge mazima.
152 Eda neda namanya olwebyo byewategeza,
Nga wabinyuweza emirembe gyona.

ר LESI

153 Olowoze okubonabona kwange, omponye;
Kubanga serabira matekago.
154 Ompolereze ensonga yange, o'nunule:
Onzukize ngekigambokyo bwekiri.

Obulokozi bubaba wala ababi; 155
Kubanga tebanonya matekago.
Okusasirakwo okulungi kungi, ai Mukama: 156
Onzukize ngemisangogyo bwegiri.
Abanjiganya nabankyawa bangi: 157
(Naye) sekolobyanga kuleka byewategeza.
Nalaba abo abakola ebyenkwe, ninakuwala; 158
Kubanga tebakwata kigambokyo.
Olowoze bwenjagala ebiragirobyo: 159
Onzukize, ai Mukama, ngekisakyo bwekiri.
Ekigambokyo kyona kyona mazima; 160
Nemisangogyo egyensonga gyona gyona (giberera) emirembe gyona.

ש SINI

Abalangira banjiganyi'za awatali nsonga; 161
Naye omutima gwange gutya nyo ebigambobyo.
Nsanyukira ekigambokyo, 162
Ngalaba omunyago omungi.
Nkyaye obulimba, mbutamwa; 163
(Naye) amatekago genjagala.
Emirundi musanvu buli lunaku nkutendereza, 164
Olwemisangogyo egyensonga.
Abagala amatekago balina emirembe mingi; 165
So tebaliko ekibesitaza.
Nsubide obulokozibwo, ai Mukama, 166
Era nkoze byewalagira.
Ememe yange yakwatanga byewategeza; 167
Era mbyagala kitalo.
Nakwatanga ebiragirobyo nebyo byewategeza; 168
Kubanga amakubo gange gona gali mu masogo.

ת TAU

Okukaba kwange kusembere mu masogo, ai Mu- 169
kama:
Ompe okutegera ngekigambokyo bwekiri.
Okwegairira kwange kuje mu masogo: 170
Omponye ngekigambokyo bwekiri.

171 Emimwa gyange gyogere etendo;
Kubanga onjigiriza amatekago.
172 Olulimi lwange luimbe ku kigambokyo;
Kubanga byewalagira byona bwe butukirivu.
173 Omukonogwo gube nga gwetesetese okumbera;
Kubanga neroboze'za ebiragirobyo.
174 Njayanide obulokozibwo, ai Mukama;
Era amatekago ge gansanyusa.
175 Ememe yange ebere enamu, era erikutendereza;
Nemisangogyo gimbere.
176 Nakyama ngendiga ebuze; nonya omuduwo;
Kubanga serabira byewalagira.

120

Oluimba olwokumadala.

1 Mu kunakuwala kwange nakowola Mukama,
Nampitaba.
2 Omponye ememe yange, ai Mukama, eri emimwa egyobulimba,
Neri olulimi olwobukusakusa.
3 Oliwebwa ki, olyongerwako ki nate,
Gwe olulimi olwobukusakusa?
4 Obusale obwobwogi obwabazira,
Era namanda agentasesa.
5 Zinsanze, kubanga ntambulira mu Meseka,
Kubanga ntula mu wema za Kedala!
6 Ememe yange yakamaze enaku nyingi okutula
Awamu noyo akyawa emirembe.
7 Nze njagala emirembe:
Naye bwenjogera, bagala okulwana.

121

Oluimba olwokumadala.

1 Naimusa amaso gange eri ensozi:
Okuberwa kwange kuliva wa?

Okuberwa kwange (kuva) eri Mukama, 2
Eyakola egulu nensi.
Taliganya kigerekyo okusagasagana: 3
Akukuma talibongota.
Laba, akuma Isiraeri 4
Talibongota so talyebaka.
Mukama ye mukumiwo: 5
Mukama kye kisikirizekyo ku mukonogwo ogwadyo.
Enjuba terikwokya emisana, 6
Newakubade omwezi ekiro.
Mukama anakukumanga eri obubi bwona; 7
Oyo yanakumanga emeneyo.
Mukama anakukumanga amagendago namada, 8
Okuva lero nokutuka emirembe gyona.

122

Oluimba olwokumadala; olwa Daudi.

Nasanyuka bwebang'amba 1
Nti Tugende mu nyumba ya Mukama.
Ebigere byafe biimiride 2
Munda mu miryangogyo, gwe Yerusalemi;
Gwe Yerusalemi, eyazimbibwa 3
Okuba ekibuga ekigatibwa awamu:
Ebika gyebirinya, bye bika bya Mukama, 4
Okuba obujulizi eri Isiraeri,
Okwebaza erinya lya Mukama.
Kubanga bateka omwo entebe ezokusalirako omu- 5
sango,
Entebe ezenyumba ya Daudi.
Musabire Yerusalemi emirembe: 6
Baliraba omukisa abakwagala.
Emirembe gibere mu bisengebyo, 7
Nomukisa mu mayugo.
Kulwa baganda bange ne banange 8

Nayogera kakano nti Emirembe gibere mugwe.
9 Olwenyumba ya Mukama Katonda wafe
Nagezangako okukukola obulungi.

123

Oluimba olwokumadala.

1 Eri gwe nyimusa amaso gange,
Ai gwatula mu gulu.
2 Laba, amaso gabadu nga (bwegatunulira) omukono
gwa mukama wabwe,
Amaso gomuzana nga (bwegatunulira) omukono
gwa mugolewe,
Namaso gafe bwegatyo (bwegatunulira) Mukama
Katonda wafe,
Okutusa lwalitusasira.
3 Otusasire, ai Mukama, otusasire:
Kubanga tujude nyo okunyomebwa.
4 Ememe yafe ejude nyo
Okudulirwa abo abalina emirembe,
Nokunyomebwa abo abalina amalala.

124

Oluimba olwokumadala; olwa Daudi.

1 Singa Mukama siye yali ku luwi lwafe,
Isiraeri ayogere kakano;
2 Singa Mukama siye yali lu luwi lwafe,
Abantu bwebatugolokokerako:
3 Banditumize, nga tukyali balamu,
Obusungu bwabwe lwebwatwakirako:
4 Ama'zi ganditutwalide dala,
Mukoka yandiyise ku meme yafe:
5 Ama'zi agamalala gandiyise ku meme yafe.
Mukama yebazibwe,
6 Atatugabude okuba emere eri amanyo gabwe.

Ememe yafe ewonye ngenyonyi mu mutego ogwa- 7
batezi:
Omutego gukutuse, nafe tuwonye.
Okuberwa kwafe kuli mu linya lya Mukama, 8
Eyakola egulu nensi.

125

Oluimba olwokumadala.

Abamwesiga Mukama 1
Bali ng'anga olusozi Sayuni, olutajulukuka, naye
lunyuwera emirembe gyona.
Ensozi nga bwezetolola Yerusalemi, 2
Ne Mukama bwatyo bweyetolola abantube,
Okuva lero nokutusa emirembe gyona.
Kubanga omugo ogufuga ogwobubi teguliberera wo 3
ku mugabo ogwabatukirivu;
Abatukirivu baleme okugolola emikono gyabwe
okukola ebitasana.
Obakole ebirungi, ai Mukama, abalungi, 4
Nabo abalina emitima egitali gya bukusa.
Naye abo abekolobya mu makubo gabwe aga- 5
kyamye,
Mukama alibafulumya wamu nabakola ebitali bya
butukirivu.
Emirembe gibere ku Isiraeri.

126

Oluimba olwokumadala.

Mukama bweya'za nate obusibe bwa Sayuni, 1
Netufanana ngabo abalota.
Akamwa kafe nekalyoka kajula enseko, 2
Nolulimi lwafe okuimba:
Nebalyoka bogera mu mawanga
Nti Mukama abakolede ebikulu.
Mukama atukolede ebikulu; 3

(Kyetuvude) tusanyuka.
4 O'ze nate obusibe bwafe, ai Mukama,
Ngemiga mu bukika obwadyo.
5 Abasiga nga bakaba amaziga balikungula nga basanyuka.
6 Newakubade nga yegendera ngakaba, ngatwala ensigo;
Alida nate nesanyu, ngaleta ebinywabye.

127

Oluimba olwokumadala; olwa Sulemani.

1 Mukama bwatazimba nyumba,
Abagizimba bakolera bwerere:
Mukama bwatakuma kibuga,
Omukumi atunulira bwerere.
2 Mukolera bwerere bwemukera okugolokoka, era bwemulwawo enyo okwebaka,
Era bwemulya emere eyokutegana:
(Kubanga) bwabawa bwatyo otulo abagalwabe.
3 Laba, abana bwe busika bwa Mukama:
Nebibala ebyolubuto ye mperaye.
4 Ngobusale bwebuli mu mukono gwomuzira,
Abana abomubuvubuka bwebali bwebatyo.
5 Alina omukisa omuntu omufukogwe bwegujula abo:
Tebalikwatibwa nsonyi,
Bwebalyogerera nabalabe babwe mu mulyango.

128

Oluimba olwokumadala.

1 Alina omukisa buli amutya Mukama,
Atambulira mu makuboge.
2 Kubanga onolyanga emirimu egyemikonogyo:
Oliba wa mukisa, era oliraba ebirungi.

Omukaziwo aliba ngomuzabibu ogubala munju ezomunda mu nyumbayo: 3
Abanabo ngamatabi gomuzeituni nga betolola edirolyo.
Laba, bwatyo bwaliwebwa omukisa omuntu 4
Amutya Mukama.
Mukama alikuwa omukisa ngaima mu Sayuni: 5
Nawe oliraba ebirungi nga bija ku Yerusalemi enaku zona ezobulamubwo.
Wewawo, oliraba abana babanabo. 6
Emirembe gibere ku Isiraeri.

129

Oluimba olwokumadala.

Emirundi mingi gyebakambonyabonye'za okuva 1
mu buto bwange,
Isiraeri ayogere kakano;
Emirundi mingi gyebakambonyabonye'za okuva 2
mu buto bwange:
Naye nebatampangula.
Abakabala bākabala omugongo gwange; 3
Bātema ensalosalo empanvu.
Mukama mutukirivu: 4
Asazesaze emigwa egyababi.
Bakwatibwe ensonyi, ba'zibwe enyuma, 5
Bona abakyawa Sayuni.
Babe ngomudo oguli wagulu ku nyumba, 6
Oguwotoka nga tegunakula:
Omukunguzi natajuza ogwo omukonogwe, 7
Newakubade asiba ebinywa ekifubakye.
Newakubade abaita tebogera 8
Nti Omukisa gwa Mukama gube kumwe;
Tubawade omukisa mu linya lya Mukama.

130

Oluimba olwokumadala.

1 Mu buziba nkukabide gwe, ai Mukama.
2 Mukama, owulire edobozi lyange:
Amatugo galowoze
Edobozi eryokwegairira kwange.
3 Mukama, bwolibala ebitali bya butukirivu,
Ai Mukama, aliimirira aliwa?
4 Naye waliwo okusonyiwa woli,
Olyoke otībwe.
5 Nindirira Mukama, ememe yange erinda,
Era ekigambokye kyensubira.
6 Ememe yange (eyayanira) Mukama,
Okusinga abakumi (bwebayayanira) obude okukya;
(Wewawo, okusinga) abakumi (bwebayayanira) obude okukya.
7 Gwe Isiraeri, subira Mukama;
Kubanga awali Mukama we wali okusasira,
Era awali ye we wali okununula okungi.
8 Era oyo alinunula Isiraeri
Mu butali butukirivubwe bwona.

131

Oluimba olwokumadala; olwa Daudi.

1 Mukama, omutima gwange si gwa malala, newakubade amaso gange tegegulumiza;
So sitambulira mu bigambo ebikulu,
Newakubade mu bigambo ebyekitalo ebinema.
2 Mazima ng'onze'za ememe yange, ngisirisi'za;
Ngomwana avude ku mabere awali nyina,
Nememe yange eri wendi bwetyo ngomwana avude ku mabere.
3 Gwe Isiraeri, subira Mukama
Okuva lero nokutusa emirembe gyona.

132

Oluimba olwokumadala.

Mukama, ojukirire Daudi 1
Okubonabonakwe kwona.
Bweyalairira Mukama, 2
Neyeyama Omuzira wa Yakobo:
Mazima siriingira mu wema eyenyumba yange, 3
So sirirnya ku kiriri kyange;
Sirigawa amaso gange okwebaka, 4
Newakubade enkowekowe zange otulo;
Okutusa lwendimulabira Mukama ekifo, 5
Ewema Eyomuzira wa Yakobo.
Laba, twagiwulirako mu Eferasa: 6
Twagiraba mu nimiro eyekibira.
Tuliingira mu wemaze; 7
Tulisinza awali entebe yebigerebye.
Golokoka, ai Mukama, oingire mu kifokyo ekyo- 8
kuwumuliramu;
Gwe, nesanduke eyamanyigo.
Bakabonabo bambale obutukirivu; 9
Nabatukuvubo bogerere wagulu olwesanyu.
Kulwomuduwo Daudi 10
Togoba maso goyo gwewafukako amafuta.
Mukama yalairira Daudi mu mazima; 11
Talikyuka kugaleka:
Ku bibala ebyomubirigwo nditeka ku ntebeyo.
Abanabo bwebanakirizanga okwekuma endagano 12
yange
Nobujulizi bwange bwendibaigiriza,
Era nabana babwe balitula ku ntebeyo emirembe
gyona.
Kubanga Mukama yeroboza Sayuni; 13
Yakiyayanira okukitulamu.
Kino kye kifo kyempumuliramu enaku zona: 14
Wano wenditula; kubanga nayayanirawo.

15 Nakiwanga omukisa mungi ekyengera kyakyo :
Nakusanga abavu bakyo emere.
16 Era ne bakabona bakyo ndibambaza obulokozi :
Nabatukuvu bakyo balyogerera wagulu olwesanyu.
17 Eyo gyendyanyisiza ejembe lya Daudi :
Namutekerawo etabaza oyo gwenafukako amafuta.
18 Abalabebe ndibambaza ensonyi :
Naye ku (mutwe) gwe enguleye eriraba omukisa.

133

Oluimba olwokumadala ; olwa Daudi.

1 Laba bwekuli okulungi, bwekusanyusa,
Aboluganda okutula awamu nga batabaganye !
2 Kuli ng'anga amafuta agomuwendo omungi agali ku mutwe,
Agākulukutira mu kirevu,
Mu kirevu kya Aloni ;
Agāserengetera ku lukugiro lwebyambalobye ;
3 Ngomusulo gwa Keremoni,
Ogu'kira ku nsozi za Sayuni :
Kubanga eyo Mukama gyeyalagirira omukisa,
Bwe bulamu obwemirembe nemirembe.

134

Oluimba olwokumadala.

1 Mulabe, mumwebaze Mukama, mwe mwena abadu ba Mukama,
Abaimiriranga ekiro mu nyumba ya Mukama.
2 Muimuse engalo zamwe eri awatukuvu,
Mumwebaze Mukama.
3 Mukama akuwe omukisa ngaima mu Sayuni ;
Oyo eyakola egulu nensi.

135

MUMUTENDEREZE Mukama.
Mutendereze erinya lya Mukama ;
Mumutendereze, mwe abadu ba Mukama :
Mwe abaimirira mu nyumba ya Mukama,
Mumpya zenyumba ya Katonda wafe.
Mumutendereze Mukama ; kubanga Mukama mulungi :
Muimbe okutendereza erinyalye ; kubanga lya sanyu.
Kubanga Mukama yeroboza Yakobo okuba owuwe,
(Ne) Isiraeri okuba owenvumaye yeka.
Kubanga manyi nga Mukama mukulu,
Era nga Mukama wafe asinga bakatonda bona.
Buli kyayagade Mukama akikoze,
Mu gulu ne munsi, mu nyanja ne mu byobuziba byona.
Anyosa omuka okuva ku nkomerero zensi ;
Agiretera enjota enkuba ;
Afulumya empewo mu mawanikage.
Eyakuba ababeryeberye Abemisiri,
Ababantu era nabensolo.
Yawereza obubonero nebyamagero wakati mugwe, gwe Misiri,
Ku Falao, ne ku badube bona.
Eyakuba amawanga amangi,
Na'ta bakabaka abamānyi ;
Sikoni kabaka Wabamoli,
Ne Oga kabaka Webasani,
Namatwale gona aga Kanani :
Nagaba ensi yabwe okuba obusika,
Obusika eri Isiraeri abantube.
Erinyalyo, ai Mukama, (liberera) enaku zona ;
Nekijukizokyo, ai Mukama, okutusa emirembe gyona.

14 Kubanga Mukama alisalira omusango abantube,
Era alyejusa mu bigambo ebyabadube.
15 Ebifananyi ebyamawanga ye feza, ye zabu,
Omulimu ogwemikono gyabantu.
16 Birina obumwa, naye tebyogera ;
Birina amaso, naye tebiraba ;
17 Birina amatu, naye tebiwulira ;
So siwali muka mu bumwa bwabyo.
18 Ababikola balibifanana ;
Wewawo, buli abyesiga.
19 Mwe enyumba ya Isiraeri, mumwebaze Mukama :
Mwe enyumba ya Aloni, mumwebaze Mukama :
20 Mwe enyumba ya Levi, mumwebaze Mukama :
Mwe abamutya Mukama, mumwebaze Mukama.
21 Mukama yebazibwe okuva mu Sayuni,
Atula mu Yerusalemi.
Mumutendereze Mukama.

136

1 Mumwebaze Mukama ; kubanga mulungi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
2 Mumwebaze Katonda wa bakatonda :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
3 Mumwebaze Mukama wabami :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
4 Oyo akola ebyamagero ebikulu yeka :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
5 Oyo eyakola egulu namagezi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
6 Oyo eyayalira ensi wagulu ku ma'zi :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.

Oyo eyakola ebyaka ebikulu : 7
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Enjuba okufuga emisana : 8
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Omwezi nemunyenye okufuga ekiro : 9
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Oyo eyakubira Emisiri ababeryeberye babwe : 10
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Nagyamu Isiraeri wakati mubo : 11
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Nengalo ezamanyi, nomukono omugolole : 12
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Oyo eyayawulamu wakati Enyanja Emyufu : 13
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Naisa Isiraeri wakati muyo : 14
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Naye nasulira Falao negyerye mu Nyanja 15
Emyufu :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Oyo eyalung'amiza abantube mu lukola : 16
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
Oyo eyakuba bakabaka abakulu : 17
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Na'ta bakabaka abātikirivu : 18
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
Sikoni kabaka Wabamoli : 19

Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
20 Ne Oga kabaka Webasani :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
21 Nagaba ensi yabwe okuba obusika :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
22 Okuba obusika eri Isiraeri omuduwe :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
23 Eyatujukira bwetwajera :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona :
24 Natuwonya eri abalabe bafe :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
25 Abiwa ebyokulya ebirina emibiri byona :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.
26 Mumwebaze Katonda owomugulu :
Kubanga okusasirakwe (kuberera) emirembe gyona.

137

1 Okumpi nemiga Egyebabuloni,
Twatulawo wansi, wewawo, netukaba amaziga,
Bwetwajukira Sayuni.
2 Ku miti egyali wakati mukyo
Netuwanikako enanga zafe.
3 Kubanga abatutwala mu busibe batulagirira eyo okuimba,
Nabatunyaga (batulagira) okuseka,
Nti Mutuimbireko ku nyimba za Sayuni.
4 Tuliimba tutya oluimba lwa Mukama
Munsi eteri yafe ?

Bwendikwerabira, gwe Yerusalemi, 5
Omukono gwange ogwadyo gwerabire (amagezi gagwo).
Olulimi lwange lwegate nekibuno kyange, 6
Bwesirikujukira ;
Bwesiryagala Yerusalemi
Okusinga esanyu lyange ekulu.
Ojukire, ai Mukama, ku bana Bedomu 7
Olunaku Olweyerusalemi ;
Abayogera nti Kisule, kisule,
Era nemisingi gyakyo.
Gwe omuwala Owebabuloni, agenda okuzikirizi- 8
bwa ;
Aliba nomukisa oyo alikuwalana gwe,
Nga bwewatukola fe.
Aliba nomukisa oyo alikwata abanabo abato, ali- 9
bakasuka
Ku jinja.

138

(Zabuli) ya Daudi.

NDIKWEBAZA nomutima gwange gwona : 1
Mu maso ga bakatonda ndiimba okukutendereza.
Ndisinza eri yekaluyo entukuvu, 2
Era ndiryebaza erinyalyo olwekisakyo nolwama-
zimago :
Kubanga ogulumizi'za ekigambokyo okusinga
erinyalyo lyona.
Ku lunaku lwenakabirirako wampitaba, 3
Nong'umya namanyi mu meme yange.
Bakabaka bona abensi balikwebaza, ai Mukama, 4
Kubanga bawulide ebigambo ebyakamwako.
Wewawo, baliimba ku makubo ga Mukama ; 5
Kubanga ekitibwa kya Mukama kingi.
Kuba Mukama newakubade nga ye mukulu, naye 6
nalowoza abetowaza :
Naye abamalala abamanya ngaima wala.

7 Newakubade nga ntambulira wakati mu naku,
olinzukiza;
Oligolola omukonogwo ku busungu bwabalabe
bange,
Nomukonogwo ogwadyo gulindokola.
8 Mukama alitukiriza ebigambo ebinfako:
Okusasirakwo, ai Mukama, (kuberera) emirembe
gyona;
Toleka mirimu gya mikonogyo gwe.

139

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

1 Ai Mukama, wanonya nze, wa'manya.
2 Omanyi bwentula, era bwengolokoka,
Otegera okulowoza kwange (nga kukyali) wala.
3 Ononyeza dala ekubo lyange nokwebaka kwange,
Era omanyi amagenda gange gona.
4 Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,
Laba, ai Mukama, gwe kyotomanyira dala.
5 Onzingizi'za mu maso nenyuma,
Era ontadeko omukonogwo.
6 Okumanya okuli ng'anga okwo kwa kitalo, kune-
ma;
Kwa wagulu, siinza kukutukako.
7 Nagenda wa okuva eri omwoyogwo?
Oba nadukira wa amasogo?
8 Bwenalinya mu gulu, nga gyoli:
Bwenayala obuliri bwange mu magombe, laba,
nga gyoli.
9 Bwenatola ebiwawatiro ebyenkya,
Nintula mu bifo ebyenyanja ebiri ewala enyo;
10 Newakubade eyo omukonogwo gunanung'amya,
Nomukonogwo ogwadyo gunankwata.
11 Bwendyogera nti Enzikiza tereme kumbikako,
Nomusana ogunetolode gunaba ekiro;
12 Newakubade enzikiza tekisa eri gwe,
Naye ekiro kyaka ngomusana:

Enzikiza nomusana bifanana (woli).
Kubanga gwolina omwoyo gwange : 13
Wambikako mu lubuto lwa mange.
Ndikwebaza ; kubanga okukolebwa kwange kwa 14
ntisa, kwa kitalo :
Emirimugyo gya kitalo ;
Nekyo ememe yange ekimanyide dala.
Tewakisibwa mubiri gwange, 15
Bwenakolerwa mu kyama,
Bwenatondebwa namagezi amangi mu byawansi
ebyensi.
Amasogo galaba omubiri gwange nga tegunatuki- 16
rira,
Ne mu kitabokyo (ebitundu byange) byona nebi-
wandikirwa,
Ebyabumbibwanga buli lunaku buli lunaku,
Bwebyali nga tebinabawo nekimu.
Era nebirowozobyo nga bya muwendo mungi 17
gyendi, ai Katonda !
Bwebigatibwa awamu, nga bingi !
Bwemba mbibaze, bisinga omusenyu omuwendo : 18
Bwenzukuka, nga nkyali wamu nawe.
Tolirema ku'ta babi, ai Katonda : 19
Kale muve gyendi, mwe abasaja abayayanira
omusai.
Kubanga bakwogerako bubi, 20
Nabalabebo balairira bwerere erinyalyo.
Sibakyawa abo, ai Mukama, abakukyawa gwe ? 21
Sinyigira abo abakugolokokerako ?
Mbakyawa okukyawa okutukiride : 22
Mbaita balabe bange.
Onkebere, ai Katonda, omanye omutima gwange : 23
Onkeme, omanye ebirowozo byange :
Olabe ngekubo lyona eryobubi liri munze, 24
Era onung'amye mu kubo eritakoma.

140

Ya mukulu wabaimbi. Zabuli ya Daudi.

1 OMPONYE, ai Mukama, eri omubi ;
Onkume eri omutemu :
2 Abayiya etima mu mutima gwabwe ;
Bakung'ananga bulijo okulwana.
3 Bawagade olulimi lwabwe ngomusota ;
Obusagwa bwesalambwa buli wansi wemimwa gyabwe. [Sela
4 Onkume, ai Mukama, eri emikono gyababi ;
Omponye eri omutemu :
Abatese'za okukyamya ebigere byange olwamanyi.
5 Abamalala bantegede omutego nemigwa ;
Bayalide ekitimba ku kubo ;
Bantegede ebyambika. [Sela
6 Namugamba Mukama nti Gwoli Katonda wange :
Owulire edobozi eryokwegairira kwange, ai Mukama.
7 Ai Katonda Mukama, amanyi agobulokozi bwange,
Wambika ku mutwe gwange ku lunaku olwolutalo.
8 Tokiriza, ai Mukama, omubi byayagala ;
Tobera lukwerwe olubi ; (baleme) okwegulumiza. [Sela
9 Omutwe gwabwe abanetolola,
Etima eryemimwa gyabwe bo libabikeko.
10 Amanda agokya gabagweko :
Basulibwe mu muliro ;
Mu binya ebiwanvu, baleme okugolokoka nate.
11 Ayogera obubi talinyuwera munsi :
Obubi buliiganya omutemu okumusula.
12 Manyi nga Mukama aliwoza omusango gwabo ababonyabonyezebwa,
Nensonga eyabanaku.
13 Abatukirivu tebalirema kwebaza linyalyo :
Abamazima balitula woli.

141

Zabuli ya Daudi.

Mukama, nkukabide; oyanguwe okuja gyendi: 1
Owulire edobozi lyange, bwenkukabira.
Okusaba kwange kutekebwe mu masogo ngo- 2
mugavu;
Okugololwa kwemikono gyange (kube) nga sadaka
eyakawungezi.
Osewo okulabirira, ai Mukama, ku kamwa ka- 3
nge:
Okume omulyango gwemimwa gyange.
Tokyusa mutima gwange eri ekibi kyona. 4
Okugenderera ebikolwa ebyobubi
Awamu nabo abakola ebitali bya butukirivu:
So neme okulya ku mere yabwe empomerevu.
Omutukirivu ankube, nga kwa kisa; 5
Era ambulirire, ngamafuta ku mutwe;
Omutwe gwange guleme okugagana:
Kuba newakubade mu bubi bwabwe okusaba
kwange kulibererawo.
Abalamuzi babwe basulirwa ku mabali gejinja; 6
Nabo baliwulira ebigambo byange; kubanga bi-
womerevu.
Ngomuntu bwakabala ngatema etaka, 7
Namagumba gafe (bwegatyo) gasasanide ku ka-
mwa kamagombe.
Kubanga amaso gange gakutunulira gwe, ai Ka- 8
tonda Mukama:
Nkwesiga gwe; toleka meme yange nga teriko
anambera.
Onkume eri omutego gwebantegede, 9
Neri ebyambika byabo abakola ebitali bya butu-
kirivu.
Ababi bagwe mu bitimba byabwe bo, 10
Naye nze nga mpona.

142

Masikiri ya Daudi, bweyali ali mu mpuku ; okusaba.

1 Nkabira Mukama nedobozi lyange ;
Nedobozi lyange negairirira Mukama.
2 Nfuka mu masoge ebinemulugunyisi'za ;
Ndaga mu masoge ebinakuwazi'za.
3 Omwoyo gwange bwegwazirika munda yange,
gwe wamanya ekubo lyange.
Mu kubo lyentambuliramu bankwekedemu omutego.
4 Mutunule ku mukono gwange ogwadyo, mulabe;
kubanga tewali muntu a'manyi :
Ekidukiro kimbuze ; tewali muntu ayagala ememe yange.
5 Nakukowola gwe, ai Mukama ;
Nayogera nti Gwoli kidukiro kyange,
Omugabo gwange munsi eyabalamu.
6 Owulire okukaba kwange ; kubanga njezebwa nyo :
Omponye eri abo abanjiganya ; kubanga bansinga amanyi.
7 Ogyemu ememe yange mu komera, nebaze erinyalyo :
Abatukirivu balinetolola ;
Kubanga olinkolera ebyekisa ekingi.

143

Zabuli ya Daudi.

1 Owulire okusaba kwange, ai Mukama ; otege okutu eri okwegairira kwange.
Mu bwesigwabwo ompitabe, ne mu butukirivubwo.
2 So tosala musango gwa muduwo ;
Kubanga mu masogo tewali muntu mulamu alisinga.

Kubanga omulabe anjiganyi'za ememe yange ; 3
Akubye obulamu bwange nabusula wansi:
Antuzi'za mu bifo ebyenzikiza ngabo abafa eda.
Omwoyo gwange kyeguvude guzirika munda 4
yange ;
Omutima gwange munda yange teguliko ana-
mbera.
Njijukira enaku ezeda ; ndowoza ebikolwabyo 5
byona :
Nfumitiriza omulimu ogwengalozo.
Nyanjuluza engalo zange eri gwe : 6
Ememe yange ekulumirwa (enyonta), ngensi
ekoye. (Sela
Oyanguwe okumpitaba, ai Mukama ; omwoyo 7
gwange gugwawo :
Tonkisa masogo ; neme okufuka ngabo aba'kira
mu kinya.
Ompulizenga enkya ekisakyo ekirungi ; kubanga 8
nkwesiga gwe :
Ontegeze ekubo eringwanira okutambuliramu ;
kubanga nyimusa ememe yange eri gwe.
Omponye, ai Mukama eri abalabe bange : 9
Nziruka okuja woli okwekisa.
Onjigirize okukola byoyagala ; kubanga gwoli 10
Katonda wange :
Omwoyogwo mulungi ; onung'amize munsi eyo-
butukirivu.
Onzukize, ai Mukama, olwerinyalyo : 11
Mu butukirivubwo ogyemu ememe yange mu
naku.
Era mu kisakyo ekirungi ozikirize abalabe bange, 12
Obamalewo bona ababonyabonya ememe yange ;
Kubanga ndi muduwo.

144

(Zabuli) ya Daudi.

Yebazibwe Mukama ejinja lyange, 1

Aigiriza emikono gyange entalo, nengalo zange okulwana.
2 Ekisa kyange ekirungi era ekigo kyange,
Enyumba yange empanvu, era omulokozi wange;
Engabo yange, era oyo gwenesiga, ajemulula abantu bange bentwala.
3 Mukama, omuntu kiki, gwe okumumanya?
Oba omwana womuntu, gwe okumulowozako?
4 Omuntu ali ng'anga omuka:
Enakuze ziri ng'anga ekisikirize ekigwawo.
5 Okutamye egululyo, ai Mukama, o'ke:
Okwate ku nsozi, zinanyoka.
6 Okasuke enjota, obasasanye;
Olase obusalebwo, obateganye.
7 Ogolole omukonogwo ngoima wagulu;
Omponye, onziye mu ma'zi amangi, mu mukono gwabanagwanga;
8 Akamwa kabwe kogera ebitalimu,
Nomukono gwabwe ogwadyo gwe mukono ogwadyo ogwobulimba.
9 Ndikuimbira gwe oluimba olugya, ai Katonda:
Nenanga erina engoye ekumi ndiimba okukutendereza.
10 Ye wuyo abawa bakabaka obulokozi:
Awonya Daudi omuduwe eri ekitala ekiruma.
11 Omponye, onziye mu mukono gwabanagwanga,
Akamwa kabwe kogera ebitalimu,
Nomukono gwabwe ogwadyo gwe mukono ogwadyo ogwobulimba.
12 Batabani bafe bwebaliba ngemiti egikuze nga bakyali bavubuka;
Nabawala bate ngamaipja agomunsonda agabajibwa nga bwebagabajira mu lubiri;
13 Amawanika gafe bwegalijula, nga galina ebintu ebyengeri zona;
Nendiga zafe bwezirizala enkumi nobukumi ku tale lyafe;
14 Ente zafe bweziriba nemigugu eminene;

Nga tewali kuwagula, newakubade okufuluma,
Songa tewali kuyogana mu ngudo zafe ;
Balina omukisa abantu ababera bwebatyo : 15
Balina omukisa abantu abalina Katonda wabwe ye Mukama.

145

(Zabuli) eyokutendereza ; eya Daudi.

Ndikugulumiza, Katonda wange, ai Kabaka ; 1
Era ndiryebaza erinyalyo emirembe nemirembe.
Buli lunaku nakwebazanga ; 2
Era natenderezanga erinyalyo emirembe nemirembe.
Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa 3
enyo
Nobukulubwe tebunonyezeka.
Emirembe girisuta emirimugyo eri emirembe, 4
Era giritendera ebikolwabyo ebyamānyi.
Ku bukulu obwekitibwa obwetendolyo, 5
Ne ku mirimugyo egyekitalo, kwenalowozanga.
Era abantu balyogera ku bikolwabyo ebyentisa 6
nga bya mānyi ;
Nange nditendera obukulubwo.
Balyatula obulungibwo obungi bwebujukirwa, 7
Era baliimba ku butukirivubwo.
Mukama wa kisa, ajude okusasira ; 8
Alwawo okusunguwala, era wa kusonyiwa kungi.
Mukama mulungi eri bona ; 9
Nokusasirakwe okulungi kubuna emirimugye gyona.
Emirimugyo gyona girikwebaza, ai Mukama ; 10
Nabatukuvubo balikweyanza.
Balyogera ku kitibwa ekyobwakabakabwo, 11
Balinyumya ku buinzabwo ;
Okumanyisa abana babantu ebikolwabye ebya- 12
manyi,
Nekitibwa ekyobukulu obwobwakabakabwe.

13 Obwakabakabwo bwe bwakabaka obutaligwawo,
Nokufugakwo (kuliberera) emirembe gyona.
14 Mukama awanirira abagwa bona,
Era aimiriza abakutama bona.
15 Amaso gebintu byona gakulindirira ;
Nawe obiwa emere yabyo mu ntuko zabyo.
16 Oyanjuluza engalozo,
No'kusa buli kintu kiramu byekyagala.
17 Mukama mutukirivu mu makuboge gona,
Era wa kisa mu mirimugye gyona.
18 Mukama ababa kumpi abo bona abamukabira,
Bona abamukabira namazima.
19 Alitukiriza abo kyebagala abamutya :
Era aliwulira okukaba kwabwe, alibalokola.
20 Mukama akuma abo bona abamwagala ;
Naye ababi bona alibazikiriza.
21 Akamwa kange kalyogera etendo lya Mukama ;
Era ne byona ebirina emibiri byebaze erinyalye etukuvu emirembe nemirembe.

146

1 Mumutendereze Mukama.
Tendereza Mukama, gwe ememe yange.
2 Nga nkyali mulamu, natenderezanga Mukama :
Naimbanga okutendereza Katonda wange nga nkyaliwo.
3 Temwesiganga balangira,
Newakubade omwana womuntu, omutali kubera kwona.
4 Omukagwe gumuvamu, na'da mu takalye ;
Ku lunaku olwo ebirowozobye nebibula.
5 Alina omukisa oyo alina Katonda wa Yakobo okuba omubeziwe,
Asubira Mukama Katondawe :
6 Eyakola egulu nensi, enyanja, nebibirimu byona ;
Akwata amazima enaku zona :
7 Abatukiririza omusango abajogebwa ;

Abawa emere abalumwa enjala ;
Mukama asumulula abasibe ;
Mukama azibula (amaso) gabazibe ; 8
Mukama aimiriza abakutama ;
Mukama ayagala abatukirivu ;
Mukama akuma banagwanga ; 9
Awanirira atalina kitawe ne munamwandu ;
Naye ekubo eryababi alivunikira dala.
Mukama alifuga enaku zona, 10
Katondawo, gwe Sayuni, okutusa emirembe gyona.
Mumutendereze Mukama.

147

Mumutendereze Mukama ; 1
Kubanga kulungi okuimba okutendereza Katonda wafe ;
Kubanga kwa sanyu, era etendo liwoma.
Mukama azimbira dala Yerusalemi ; 2
Akung'anya wamu abagobebwa abomu Isiraeri.
Awonya abalina emitima egimenyese, 3
Era asiba ebiwundu byabwe.
Abala emunyenye omuwendo gwazo ; 4
Azituma zona amanya gazo.
Mukama wafe mukulu, era obuinzabwe bwa 5
manyi ;
Okutegerakwe tekulowozekeka.
Mukama awanirira abawombefu : 6
Asindika wansi ababi.
Mumuimbire Mukama nokwebaza ; 7
Muimbe nenanga okutendereza Katonda wafe ;
Abika ku gulu nebire, 8
Atekeratekera ensi enkuba,
Amereza omudo ku nsozi.
Aziwa ensolo emere yazo, 9
Ne banamung'ona abato abakaba.
Tasanyukira mānyi ga mbalasi : 10
Teyesimira amagulu gomuntu.

11 Mukama yesimira abo abamutya,
Abo abasubira okusasirakwe.
12 Tendereza Mukama, gwe Yerusalemi;
Tendereza Katondawo, gwe Sayuni.
13 Kubanga anyuweze'za ebisiba byenzigizo;
Abawade omukisa abanabo mundayo.
14 Aleta emirembe mu nsalozo;
Akujuza obugimu obweng'ano.
15 Awereza ekiragirokye kunsi;
Ekigambokye kiduka embiro nyingi.
16 Agabula omuzira ngebyoya byendiga;
Amansira omusulo ogukute empewo ngevu.
17 Awereza ama'zige agakute ngobukunkumuka:
Ani ainza okuimirira awali empewoze?
18 Atuma ekigambokye, nabisanusa:
Akunsa empewoze, ama'zi negakulukuta.
19 Amulaga Yakobo ekigambokye,
Amatekage nemisangogye eri Isiraeri.
20 Takolanga bwatyo gwanga lyona:
Nemisangogye tabagimanyanga.
Mumutendereze Mukama.

148

1 Mumutendereze Mukama:
Mumutendereze Mukama, (mwe abaima) mu gulu:
Mumutendereze mu bifo ebya wagulu.
2 Mumutendereze, mwe bamalaikabe bona:
Mumutendereze, mwe egyerye lyona.
3 Mumutendereze, mwe enjuba nomwezi:
Mumutendereze, mwe emunyenye zona ezaka.
4 Mumutendereze, mwe egulu lyegulu,
Namwe ama'zi agali wagulu wegulu.
5 Bitendereze erinya lya Mukama:
Kubanga yalagira, nebitondebwa.
6 Era yabinyuweza okutusa emirembe nemirembe:
Yateka eteka eritalidiba.
7 Mumutendereze Mukama, (mwe abali) munsi,

Mwe balukwata, nebifo byona ebyobuziba :
Omuliro nomuzira, serugi nomuka ; 8
Omuyaga ogutukiriza ekigambokye :
Ensozi nobusozi bwona ; 9
Emiti egibala nemivule gyona :
Ensolo nente zona ; 10
Ebyewalula nenyonyi ezibuka :
Bakabaka bensi namawanga gona ; 11
Abalangira nabalamuzi bona abensi :
Abavubuka nabawala ; 12
Abakade nabato :
Batendereze erinya lya Mukama ; 13
Kubanga erinyalye yeka lye ligulumizibwa :
Ekitibwakye kiri kungulu kunsi ne ku gulu.
Era agulumizi'za ejembe eryabantube, 14
Etendo eryabatukuvube bona ;
Be bana ba Isiraeri, abantu abamuli okumpi.
Mumutendereze Mukama.

149

Mumutendereze Mukama. 1
Mumuimbire Mukama oluimba olugya,
Netendolye mu kung'aniro eryabatukuvu.
Isiraeri asanyukire oyo eyamukola : 2
Abana ba Sayuni bajagulize kabaka wabwe.
Batendereze erinyalye nga bazina : 3
Baimbe okumutendereza nekitasa nenanga.
Kubanga Mukama asanyukira abantube : 4
Aliwomya abawombefu nobulokozi.
Abatukuvu bajagulize ekitibwa : 5
Baimbire olwesanyu ku bitanda byabwe.
Etendo egulumivu lya Katonda libe mu bulago 6
bwabwe,
Nekitala ekyobwogi obubiri mu ngalo zabwe ;
Okuwalana egwanga ku mawanga, 7
Nokubonyabonya abantu ;
Okusiba bakabaka babwe nenjegere, 8

Nabakungu babwe nebisiba ebyebyuma ;
9 Okubatukirizako omusango ogwawandikibwa :
Abatukuvube bona balina ekitibwa ekyo.
Mumutendereze Mukama.

150

1 Mumutendereze Mukama.
Mumutendereze Katonda mu watukuvuwe :
Mumutendereze mu banga eryamânyige.
2 Mumutendereze olwebikolwabye ebyamanyi :
Mumutendereze ngobukulubwe obulungi bwebuli.
3 Mumutendereze nedobozi eryekondere :
Mumutendereze namadinda nenanga.
4 Mumutendereze nekitasa nokuzina :
Mumutendereze nebyo ebirina engoye nendere.
5 Mumutendereze nebitasa ebivuga enyo :
Mumutendereze nebitasa ebyedobozi etono.
6 Buli ekirina omuka kimutendereze Mukama.
Mumutendereze Mukama.

ENGERO.

1

ENGERO za Sulemani mutabani wa Daudi kabaka wa Isiraeri :
Okumanya amagezi nokuigirizibwa ;
Okwawula ebigambo ebyokutegera ;
Okukiriza okuigirizibwa okukola ebyamagezi,
Obutukirivu nokusala emisango nokugoberera ensonga ;
Okubawa abatalina magezi obukabakaba,
Omulenzi abere nokumanya nokutesa :
Owamagezi awulire yeyongere okuba nokuiga ;
Era omusaja alina okutegera afune okutesa okutufu :
Okutegera olugero nekifananyi ;
Ebigambo ebyabagezigezi nebikoko byabwe.

Mu kutya Mukama okumanya mwekusokera :
(Naye) abasirusiru banyoma amagezi nokuigirizibwa.
Mwana wange, wulira okuigiriza kwa kitawo,
So tova mu teka lya nyoko :
Kubanga biriba ngule ya kisa ku mutwegwo,
Nemikufu egyetolode obulagobwo.
Mwana wange, abalina ebibi bwebakusenda,
Tokirizanga.
Bwebogera nti Jangu tugende fena,
Tutege omusai,
Tugwire mu kyama ataliko musango awatali nsonga ;

Nabakungu babwe nebisiba ebyebyuma :
9 Okubatukirizako omusango ogwawandikibwa :
Abatukuvube bona balina ekitibwa ekyo.
Mumutendereze Mukama.

150

1 MUMUTENDEREZE Mukama.
Mumutendereze Katonda mu watukuvuwe :
Mumutendereze mu banga eryamānyige.
2 Mumutendereze olwebikolwabye ebyamanyi :
Mumutendereze ngobukulubwe obulungi bwebuli.
3 Mumutendereze nedobozi eryekondere :
Mumutendereze namadinda nenanga.
4 Mumutendereze nekitasa nokuzina :
Mumutendereze nebyo ebirina engoye nendere.
5 Mumutendereze nebitasa ebivuga enyo :
Mumutendereze nebitasa ebyedobozi etono.
6 Buli ekirina omuka kimutendereze Mukama.
Mumutendereze Mukama.

ENGERO.

1

ENGERO za Sulemani mutabani wa Daudi kabaka wa Isiraeri :
Okumanya amagezi nokuigirizibwa ;
Okwawula ebigambo ebyokutegera ;
Okukiriza okuigirizibwa okukola ebyamagezi,
Obutukirivu nokusala emisango nokugoberera ensonga ;
Okubawa abatalina magezi obukabakaba,
Omulenzi abere nokumanya nokutesa :
Owamagezi awulire yeyongere okuba nokuiga ;
Era omusaja alina okutegera afune okutesa okutufu :
Okutegera olugero nekifananyi ;
Ebigambo ebyabagezigezi nebikoko byabwe.

Mu kutya Mukama okumanya mwekusokera :
(Naye) abasirusiru banyoma amagezi nokuigirizibwa.
Mwana wange, wulira okuigiriza kwa kitawo,
So tova mu teka lya nyoko :
Kubanga biriba ngule ya kisa ku mutwegwo,
Nemikufu egyetolode obulagobwo.
Mwana wange, abalina ebibi bwebakusenda,
Tokirizanga.
Bwebogera nti Jangu tugende fena,
Tutege omusai,
Tugwire mu kyama ataliko musango awatali nsonga ;

12 Tubamire nga bakyali balamu ngamagombe,
Era nga bakyali balamba ngabo abaka mu kinya ;
13 Tuliraba ebintu byona ebyomuwendo omungi,
Tulijuza enyumba zafe omunyago ;
14 Onekubira akalulu wamu nafe ;
Fena tuliba nensawo emu :
15 Mwana wange, totambulira mu kubo wamu nabo ;
Ziiza ekigerekyo obutaita mu lugendo lwabwe :
16 Kubanga ebigere byabwe biduka mbiro okugoberera obubi,
Era byanguwa okuyiwa omusai.
17 Kubanga bategera bwerere ekitimba,
Enyonyi yona ngekiraba :
18 Era abo bategera omusai gwabwe bo,
Bagwira mu kyama obulamu bwabwe bo.
19 Bwegatyo bwegabera amakubo aga buli muntu eyegomba amagoba ;
Gagyawo obulamu bwa banyinigo.

20 Amagezi gogerera wagulu mu lugudo ;
Galeta edobozi lyago mu bifo ebigazi ;
21 Gogerera wagulu mu kifo ekikulu ekyokukunganiramu ;
Awaingirirwa mu mizigo,
Mu kibuga gyegaletera ebigambo byago :
22 Mwe abatalina magezi, mulitusa wa okwagala obutaba na magezi ?
Nabanyoma okusanyukira okunyoma,
Nabasirusiru okukyawa okumanya ?
23 Mukyuke olwokunenya kwange :
Laba, ndifuka omwoyo gwange gyemuli,
Ndibamanyisa ebigambo byange.
24 Kubanga mpise, mwe nemugana ;
Ngolode omukono gwange, so tewali muntu asizayo omwoyo ;
25 Naye mujulude okutesa kwange kwona,
So temwagade kunenya kwange na katono :

Era nange ndisekera ku (lunaku) kwemulirabira 26
enaku ;
Ndikudala entisa yamwe bwerituka ;
Entisa yamwe bwerituka ngomuyaga, 27
Nenaku zemuliraba bwezirija ngembuyaga ezakazimu ;
Okweralikirira nobubalagaze bwebiribajira.
Awo lwebalinkabira, naye siridamu ; 28
Bali'nonya nyo, naye tebalindaba :
Kubanga bakyawa okumanya, 29
So teberoboza kutya Mukama :
Tebayagala kutesa kwange na katono ; 30
Banyoma okunenya kwange kwona :
Kyebaliva balya ku bibala ebyekubo lyabwe bo, 31
Nebakuta enkwe zabwe bo.
Kubanga okuda enyuma okwabatalina magezi 32
kulibata,
Nokulaba omukisa okwabasirusiru kulibazikiriza.
Naye buli anawulira nze anabera mirembe, 33
Era aliterera nga tewali kutya kabi.

2

Mwana wange, bwonokiriza ebigambo byange, 1
Notereka ebiragiro byange ewuwo ;
Nokutega notega okutukwo eri amagezi 2
Nosayo omutimagwo eri okutegera ;
Wewawo, bwonokabira okwawula, 3
Nolirira okutegera ;
Bwonoganonya nga feza, 4
Nogakenenya ngebyobugaga ebyakwekebwa ;
Awo lwolitegera okutya Mukama, 5
Novumbula okumanya Katonda.
Kubanga Mukama awa amagezi ; 6
Mu kamwake mwe mufuluma okumanya nokutegera :
Aterekera abagolokofu amagezi amatufu, 7

(Aba) ngabo eri abo abatambulira mu butayo-
nona ;
8 Alyoke akume amakubo agomusango,
Era awonye okutambula kwabatukuvube.
9 Awo lwolitegera obutukirivu nomusango,
Nebyensonga, (wewawo,) buli kubo edungi.
10 Kubanga amagezi galiingira mu mutimagwo,
Nokumanya kuliwomera ememeyo ;
11 Okutesa kulikulabirira,
Okutegera kulikukuma :
12 Okukuwonya mu kubo eryobubi,
Eri abasaja abogera ebyekyejo ;
13 Abaleka amakubo agobugolokofu,
Okutambuliranga mu makubo agekizikiza ;
14 Abasanyuka okukola obubi,
Nekyejo ekyomubi kye kibawomera ;
15 Amakubo gabwe makyamukyamu,
Nokugenda kwabwe kwenyolanyola :
16 Okukuwonya eri omukazi omugenyi,
Eri omugenyi anyumiriza nebigambobye ;
17 Aleka omukwano ogwomubutobwe,
Neyerabira endagano ya Katondawe :
18 Kubanga enyumbaye etwala mu kufa,
Namakuboge eri abafu :
19 Tewali abagenda gyali abada nate,
So tebatuka mu makubo agobulamu :
20 Olyoke otambulirenga mu kubo eryabasaja aba-
lungi,
Nokwata empenda ezabatukirivu.
21 Kubanga abagolokofu balibera munsi,
Nabo abatukirira balisigala omwo.
22 Naye ababi balimalibwawo okuva munsi,
Nabo abasala enkwe balisimbulirwamu dala.

3

Mwana wange, tewerabiranga teka lyange ; 1
Naye omutimagwo gukwatenga ebiragiro byange ;
Kubanga enaku enyingi nemyaka egyokuwangala 2
Nemirembe byebirikwongerako.
Okusasira namazima tebikulekanga : 3
Bisibe mu bulagobwo ;
Biwandike ku bipande ebyomutimagwo :
Bwoliraba bwotyo okuganja nokutegera okulungi 4
Mu maso ga Katonda nagabantu.
Wesige Mukama nomutimagwo gwona, 5
So tewesigama ku kutegerakwo gwe :
Mwatule mu makubogo gona, 6
Awo alirungamya olugendolwo.
Toba na magezi mu masogo gwe ; 7
Tya Mukama ove mu bubi :
Ekyo kye kiriba obulamu eri ekundiryo, 8
Nobusomyo eri amagumbago.
Omusangamu ekitibwa Mukama nebintubyo, 9
Nebiberyeberye ku bibalabyo byona :
Amawanikago bwegalijula bwegatyo ekyengera, 10
Namasogolerogo galiyika omwenge omusu.

Mwana wange, tonyoma kubulirira kwa Mu- 11
kama ;
So nokunenyakwe kuleme okukukoya :
Kubanga Mukama gwayagala gwanenya ; 12
Era nga kitawe omwanawe gwasanyukira.
Aweredwa omukisa omuntu alaba amagezi, 13
Noyo afuna okutegera.
Kubanga obuguzi bwago businga obuguzi obwa 14
feza,
Namagoba gago (gakira) zabu enungi.
Ga muwendo mungi okusinga amainja amatwa- 15
kavu :

So tewali kintu kyoinza okwegomba ebyenkanya-
nkanyizibwa nago.
16 Okuwangala kuli mu mukono gwago ogwadyo;
Mu mukono gwago ogwa kono mulimu obugaga
nekitibwa.
17 Amakubo gago makubo ga kusanyukiramu,
Nengendo zago zona mirembe.
18 Ago gwe muti ogwobulamu eri abó abagakwata:
Era alina omukisa buli muntu abera nago.
19 Mukama yasawo emisingi gyensi namagezi;
Yanyuweza egulu nokutegera.
20 Enyanja yayabika nokumanyakwe,
Egulu neritonya omusulo.

21 Mwana wange, ebyo tebivanga ku masogo;
Kwata amagezi amatufu nokutesa;
22 Bwebiriba bwebityo obulamu eri ememeyo,
Nobuyonjo eri obulagobwo.
23 Awo lwolitambulira mu kubolyo mirembe,
So nekigerekyo tekiryesitala.
24 Bwonogalamiranga totyenga:
Wewawo, onogalamiranga notulotwo tunakuwo-
meranga.
25 Totya ntisa gyotomanyiride,
Newakubade okuzikiriza okwababi bwekujanga:
26 Kubanga Mukama yaliba obwesigebwo,
Era yalikuma ekigerekyo oleme okuwambibwa.
27 Tobama birungi abo abagwanira,
Bwekiri mu buinza bwomukonogwo okubikola.
28 Togambanga muliranwawo nti Genda okomewo,
Enkya ndikuwa;
Bwekiri nawe.
29 Tosalira muno bubi,
Kubanga abera gyoli mirembe.
30 Toyombanga na muntu awatali nsonga,
Obanga taliko bubi bwakukoze.
31 Tokwatirwanga bugya omusaja owamawagali,
So tewerobozanga makuboge gona.

Kubanga omukyamu wa muzizo eri Mukama : 32
Naye ekyamakye kiri nabagolokofu.
Ekikolimo kya Mukama kiri mu nyumba eyo- 33
mubi ;
Naye awa omukisa ekifo abatukirivu mwe-
babera.
Mazima anyoma abanyomi, 34
Naye awa abetowaza ekisa.
Abamagezi balisikira ekitibwa ; 35
Naye ensonyi ze ziriba okukuzibwa okwabasiru-
siru.

4

Bana bange, muwulire okuigiriza kwa kitamwe, 1
Mutege amatu okumanya okutegera :
Kubanga mbawa okuiga okulungi ; 2
Temuvanga mu teka lyange.
Kubanga nali mwana eri kitange, 3
Omugonvu era eyayagalibwa nzeka mu maso ga
mange.
Era yanjigiriza nangamba nti 4
Omutimagwo gunyuweze ebigambo byange ;
Kwata ebiragiro byange obere omulamu :
Funa amagezi, funa okutegera ; 5
Togerabiranga so tovanga mu bigambo ebyomu-
kamwa kange :
Togalekanga, nago ganakukumanga ; 6
Ogagalanga nago ganakulindanga.
Amagezi kye kigambo ekisinga obukulu ; (kale) 7
funa amagezi :
Wewawo, funa okutegera nebyo byona byewafuna.
Gagulumize nago galikukuza : 8
Galikutusa mu kitibwa, bwoligawambatira.
Galiguwa omutwegwo engule eyobuyonjo : 9
Galikugabira enkufira eyobulungi.

Ai mwana wange, wulira okirize ebigambo bya- 10
nge;

Nemyaka egyobulamubwo giriba mingi.
11 Nakuigiriza ekubo eryamagezi;
Nakulungamya mu makubo agobugolokofu.
12 Bwonotambulanga ebigerebyo tebirifundikirwa;
Era bwonodukanga tolyesitala.
13 Nyuwereza dala okuigirizibwa; tokutanga:
Kukwate; kubanga bwe bulamubwo.
14 Toingiranga mu kubo eryababi,
So totambuliranga mu lugendo olwabasaja ababi.
15 Olwesambanga, toluitangako;
Okyukanga okuluvamu, weyongere mu maso.
16 Kubanga tebebaka wabula nga bamaze okukola akabi;
Notulo tubagyibwako wabula nga baliko bebagwisiza.
17 Kubanga balya emere eyobubi,
Nebanywa omwenge ogwokugira ekyejo.
18 Naye ekubo eryabatukirivu liri nganga omusana ogwakayakana,
Ogweyongerayongera okwaka okutusa obude lwebutukirira.
19 Ekubo eryababi liri nganga ekizikiza:
Tebamanyi ekibesitaza.

20 Mwana wange, sayo omwoyo eri ebigambo byange;
Tega okutu eri okwogera kwange.
21 Tebivanga ku masogo;
Bikume wakati mu mutimagwo.
22 Kubanga ebyo bwe bulamu eri abo ababiraba,
Era kwe kulama eri omubiri gwabwe gwona.
23 Onyikiranga nyo nyini okukuma omutimagwo;
Kubanga omwo mwe muva ensulo ezobulamu.
24 Wegyeko akamwa akabambavu,
Nemimwa emikyamu ogyewalanga nyo.
25 Amasogo galungamire dala,
Nebikowebyo bitunulire dala emberiyo.
26 Tereza ekubo eryebigerebyo,
Era amagendago gona ganyuwere.

Tokyamiranga ku mukono ogwadyo newakubade ku gwa kono :
Gyawo ekigerekyo obutakola bubi. 27

5

Mwana wange, sayo omwoyo eri amagezi gange ; 1
Tega okutu eri okutegera kwange :
Olyoke okume okutesa, 2
Nemimwagyo gikwate okumanya.
Kubanga emimwa gyomukazi omugenyi gitonya 3
omubisi gwenjuki,
Nakamwake kasinga amafuta obugonvu :
Naye enkomereroye eyoluvanyuma ekawa ngomu- 4
susa,
Esala ngekitala ekyobwogi obubiri.
Ebigerebye bika mu kufa ; 5
Ebisindebye bikwata amagombe ;
Nokulaba talaba kubo terevu eryobulamu : 6
Amakuboge gasagasagana, so takimanyi.
Kale no, bana (bange), mumpulire, 7
So temuvanga mu bigambo ebyomukamwa kange.
Gyawo ekubolyo okumubera ewala, 8
So tosembereranga lugi lwa nyumbaye :
Oleme okuwa abalala ekitibwakyo, 9
Nemyakagyo eri omukambwe :
Abagenyi baleme oku'kuta amanyigo ; 10
Nemirimugyo gireme okubera mu nyumba yomu-
nagwanga ;
Nawe nonakuwala enkomereroyo eyoluvanyuma 11
ngetuse,
Enyamayo nomubirigwo bwebirimalibwawo,
Noyogera nti Nga nakyawa okuigirizibwa, 12
Omutima gwange negunyoma okunenyezebwa ;
So sagondera dobozi lya baigiriza bange, 13
So satega kutu kwange eri abo abānjigiriza !
Nabulako katono okuba mu bubi bwona 14

Wakati mu kunganiro nekibina.
15 Onyweranga ama'zi mu kidibakyo gwe,
Nama'zi agakulukuta mu !u'zirwo gwe.
16 Ensulozo zandisasanide dala,
Emiga egyama'zi negiba mu ngudo?
17 Gaberenga gago weka,
So si ga bagenyi wamu nawe.
18 Ensuloyo ebere nomukisa;
Era sanyukira omukazi owomubuvubukabwo.
19 Ngenangazi ekwagala nempeyo ekusanyusa,
Amaberege gakumalenga mu biro byona;
Era osanyukirenga bulijo okwagalakwe.
20 Kubanga lwaki gwe okusanyukira omukazi omugenyi, mwana wange,
Nogwa mu kifuba kyatali wuwo?
21 Kubanga amakubo gabantu gali mu maso ga Mukama,
Era atereza engendoze zona.
22 Obutali butukirivubwe ye bulikwata omubi,
Era alisibibwa nemigwa egyokwononakwe.
23 Alifa olwokubulwa okuigirizibwa;
Era olwobusirusirubwe obungi aliwaba.

6

1 Mwana wange, obanga weimirira muliranwawo,
Nokubira omugenyi mu ngalo,
2 Ebigambo ebyomukamwako bikukwasiza,
Ebigambo ebyomukamwako bikuteze.
3 Kale no, mwana wange, kola kino werokole,
Kubanga ogude mu mukono gwa muliranwawo;
Genda wetowaze omutairire muliranwawo.
4 Toganyanga masogo kwebaka,
Newakubade ebikowebyo okubongota.
5 Werokole ngempeyo bweva mu mukono (gwomuizi),
Era ngenyonyi bweva mu mukono gwomutezi.

Genda eri enkoloto, gwe omugayavu ; 6
Lowoza empisa zayo obere namagezi :
Eyo terina mwami, 7
Newakubade omulabirizi newakubade afuga,
Naye neyeterekera ebyayo ebyokulya mu biro 8
ebyokukunguliramu,
Nekunganya emere yayo mu mwaka.
Olitusa wa okwebaka, gwe omugayavu ? 9
Oligolokoka di mu tulotwo ?
Wakyaliwo okwebaka okutono nokubongota oku- 10
tono,
Nokufunya emikono okutono okwebaka :
Bwekityo obwavubwo bulija ngomunyazi, 11
Nokwetagakwo ngomusaja akute ebyokulwanyisa.

Omuntu ataliko kyagasa, ómusaja owobutali bu- 12
tukirivu ;
Atambula ngalina akamwa akabambavu ;
Atemya amaso, ayogeza bigerebye, 13
Abagula nengaloze ;
Obubambavu buli mu mutimagwe, asala obubi 14
olutata ;
Asiga okukyawagana.
Enaku zaliraba kyeziriva zija nga tamanyiride ; 15
Amangwago alimenyeka, awatali kuwonyezebwa.
Waliwo ebigambo mukaga Mukama byakyawa ; 16
Wewawo, musanvu bya muzizo gyali :
Amaso agamalala, olulimi olulimba, 17
Nengalo eziyiwa omusai ogutaliko musango ;
Omutima oguyunja ebirowozo ebibi, 18
Ebigere ebyanguwa okugoberera etima embiro ;
Omujulirwa wobulimba ayogera ebyobulimba, 19
Noyo asiga okukyawagana mu boluganda.

Mwana wange, okwatanga ekiragiro kya kitawo, 20
So tolekanga teka lya nyoko :
Bisibenga enaku zona ku mutimagwo, 21
Binyuweze mu bulagobwo.

22 Bwonotambulanga, linakukulemberanga ;
Bwonebakanga, linakukumanga ;
Era bwonozukukanga, linayogeranga nawe.
23 Kubanga eteka tabaza ; ekiragiro musana ;
Nokunenya kwoyo akuigiriza lye kubo eryobulamu :
24 Okukumanga eri omukazi omubi,
Eri okunyumiriza kwolulimi lwomugenyi.
25 Tewegombanga bulungibwe mu mutimagwo ;
So nebikowebye bireme okukukwasa.
26 Kubanga olwomukazi omwenzi (omuntu afuka) mere bumere :
Nomukazi omwenzi ai'ga obulamu obwomuwendo omungi.
27 Omuntu ainza okuwambatira omuliro mu kifubakye,
Ebyambalobye nebitagya ?
28 Oba omuntu ainza okutambulira ku manda agokya,
Ebigerebye nebitasirira ?
29 Bwatyo bwabera aingira eri omukazi wa mune ;
Buli amukomako talirema kubonerezebwa.
30 Abantu tebanyoma mu'bi obanga aba
Okukusa ememeye ngalumidwa enjala :
31 Naye bwanalabikanga, anasasulanga emirundi musanvu ;
Aliwayo ebintu byona ebyomunyumbaye.
32 Ayenda ku mukazi talina kutegera :
Ayagala okuzikiriza obulamubwe ye yakola bwatyo.
33 Alifuna ebiwundu nokunyomebwa ;
Nekivumekye tekirisangulibwa.
34 Kubanga obugya kye kiruwi kyomusaja ;
So talisasira ku lunaku olwokuwalanirako egwanga.
35 Talisayo mwoyo eri ekinunulo kyona ;
So talinyigulukuka newakubade ngowa ebirabo bingi.

7

Mwana wange, okwatanga ebigambo byange, 1
Otereke ebiragiro byange ewuwo.
Okwatanga ebiragiro byange obere omulamu ; 2
Neteka lyange ngemunyi eyerisolyo.
Bisibe ku ngalozo ; 3
Biwandike ku bipande ebyomutimagwo.
Gamba amagezi nti Gwe mwanyinaze ; 4
Omuite okutegera owekika kyamwe :
Bikukumenga eri omukazi omugenyi, 5
Eri omugenyi anyumiriza nebigambobye.
Kubanga nalingiza mu kituli ekyenyumba yange 6
Mu mulimu omuluke ogwomukituli ;
Nendaba mu batalina magezi, 7
Nentegereza mu balenzi,
Omuvubuka atalina kutegera,
Ngaita mu lugudo kumpi ku mugukirirogwe, 8
Nagenda mu kubo erida mu nyumbaye ;
Mu kizikiza, obude nga buwungede, 9
Mu kizikiza ekyekiro zigizigi.
Awo, laba, newamusisinkana omukazi 10
Ngayambade ebyambalo ebyomwenzi, era owomutima omugerengetanya.
Muyombi era mukakanyavu ; 11
Ebigerebye tebibera mu nyumbaye :
Olusi aba mu ngudo, olusi mu bifo ebigazi, 12
Era ategera ku buli mugukiriro.
Awo namukwata namunywegera, 13
Namugamba ngakakanyaziza amasoge nti
Sadaka ezebiwebwayo olwemirembe ziri ewange ; 14
Lero maze okusasula obweyamo bwange.
Kyenvude nfuluma okukusisinkana, 15
Okunyikira okunonya amasogo, era nkulabye.
Njaze ekitanda kyange namagodoli, 16
Nengoye ezengudo ezepamba Yemisiri.
Mpunyisiza bulungi ekiriri kyange 17
Nobubane nomugavu nebyakalosa.

18 Jangu tukute okwagala okukesa obude ;
Twesanyuse nokwagala.
19 Kubanga baze tali ka,
Yatambula lugendo lwa wala :
20 Yagenda ngatwala naye ensawo eya feza ;
Alikomawo omwezi nga gwa gabogabo.
21 Amukirizisa nebigambobye ebirungi bingi,
Amuwaliriza okugenda nokwegonza okwemimwagye.
22 Amangwago agenda amugoberera,
Ngente bwegenda okusalibwa,
Oba ngamasamba bwegagenda okukangavula omusirusiru ;
23 Okutusa akasale lwekalifumita ekibumbakye ;
Ngenyonyi bweyanguwa okugwa mu kyambika,
So tamanyi ngalifirwa obulamubwe.
24 Kale no, bana (bange), mumpulire,
Era museyo omwoyo eri ebigambo ebyomukamwa kange.
25 Omutimagwo tegukyamiranga mu makuboge,
Towabiranga mu mpendaze.
26 Kubanga yasula bangi nga bafumitidwa ebiwundu :
Wewawo, ababe aba'tibwa gye dene.
27 Enyumbaye lye kubo lye nyini erida mu magombe
Nga lika mu bisenge ebyokufa.

8

1 Amagezi tegogerera wagulu,
Nokutegera tekuleta dobozi lyakwo ?
2 Engudo wezisibuka mu kubo
Mu masanganzira wegaimirira ;
3 Ku mabali gemizigo awaingirirwa mu kibuga,
Abantu webaingirira awali enzigi gogerera wagulu :

Mwe abasaja, mbakowola ; 4
Nedobozi lyange liri eri abana babantu.
Mwe abatalina magezi, mutegere obukabakaba ; 5
Namwe, abasirusiru, mubere nomutima ogutegera.
Muwulire, kubanga nayogera ebigambo ebirungi 6
enyo ;
Nokwasama emimwa gyange kunavamu ebyensonga.
Kubanga akamwa kange kanayogera ebyamazi- 7
ma ;
Nobubi bwa muzizo eri emimwa gyange.
Ebigambo byona ebyomukamwa kange biri mu 8
butukirivu ;
Mubyo temuli kintu ekikyamakyama newakubade ekyenyode.
Byona byangu eri oyo ategera, 9
Era bya nsonga eri abo abalaba okumanya.
Mukirize okuigiriza kwange so si feza ; 10
Nokumanya okukira zabu enonde.
Kubanga amagezi gasinga amainja amatwakavu ; 11
Nebintu byona ebiinzika okwegombebwa tebyenkanyankanyizibwa nago.
Nze amagezi nfude obukabakabaka okuba enyu- 12
mba yange,
Era nonya okumanya nokutesa.
Okutya Mukama kwe kukyawa obubi : 13
Amalala nesukuti nekubo ebi
Nakamwa akabambavu byenkyawa.
Okutesa kwange nokumanya okutufu : 14
Nze ndi kutegera ; nina amanyi.
Kubwange bakabaka bafuga, 15
Abalangira nebateka ebyobutukirivu.
Kubwange abalangira bafuga, 16
Nabakungu, abalamuzi bona abokunsi.
Mbagala abo abanjagala ; 17
Nabo abanyikira oku'nonya balindaba.
Obugaga nekitibwa biri nange ; 18

(Wewawo), obugaga obwenkalakalira nobutukirivu.
19 Ebibala byange bisinga zabu obulungi, wewawo, zabu enungi ;
Namagoba gange gakira feza enonde.
20 Ntambulira mu kubo eryobutukirivu,
Wakati mu mpenda ezokusala emisango :
21 Ndyoke mbawe abo abanjagala okusika ebintu,
Era njijuze amawanika gabwe.
22 Mukama yali nange ekubolye weryasokera,
Okusoka emirimugye egyeda.
23 Natekebwawo okuva emirembe nemirembe, okuva ku luberyeberye,
Ensi nga tenabawo.
24 Nga tewanabawo buziba, nazalibwa ;
Ensulo ezijude ama'zi nga tezinabawo.
25 Ensozi nga tezinaba kusibwawo,
Nasoka obusozi okuzalibwa :
26 Ye nga tanatonda nsi newakubade enimiro,
Newakubade enfufu Eyensi eyasoka.
27 Bweyanyuweza egulu, nze naliyo :
Bweyakulunga amaso gobuziba :
28 Bweyanyuweza egulu wagulu :
Ensulo ezenyanja bwezafuka ezamanyi :
29 Bweyawa enyanja ensalo yayo,
Ama'zi galeme okusobya ekiragirokye :
Bweyalamba emisingi gyensi :
30 Awo nze nga ndi awo gyali ngomukoza :
Era bulijo yansanyukiranga,
Nga njaguza bulijo mu masoge ;
31 Nga nsanyukira ensiye eberekamu ;
Nesanyu lyange lyali nabana babantu.
32 Kale no, bana (bange), mumpulire :
Kubanga balina omukisa abakwata amakubo ange.
33 Muwulire okuigirizibwa mube namagezi,
So temugagananga.
34 Alina omukisa omuntu ampulira,

Ngatunulira bulijo ku nzigi zange,
Ngalinda awali emifubeto egyenzigi zange.
Kubanga buli alaba nze alaba bulamu,
Era alifuna okuganja eri Mukama.
Naye oyo anyonona asobya obulamubwe ye :
Bona abakyawa nze bagala okufa.

9

Amagezi gazimbye enyumba yago,
Gatemye empagi zago musanvu :
Gase ensolo zago ; gatabude omwenge gwago ;
Era gategese emeza yago.
Gasindise abawalabe, gogerera wagulu
Ku bifo ebyomukibuga ebisinga obugulumivu,
Nti Buli atalina magezi akyamire muno :
Oyo abulwa okutegera gamugamba nti
Muje mulye ku mere yange,
Era munywe ku mwenge gwentabude.
Muleke, mwe abatalina magezi, mubere abalamu ;
Era mutambulire mu kubo eryokutegera.

Anenya omukudazi yeswaza :
Noyo abulirira omubi yetonyezako ebala.
Tobuliriranga mukudazi aleme okukukyawa :
Bulirira owamagezi, anakwagala.
Igiriza owamagezi, aneyongera okuba namagezi :
Igiriza omutukirivu, aneyongera okuiga.
Mu kutya Mukama amagezi mwegasokera :
Nokumanya oyo Omutukuvu kwe kutegera.
Kubanga kubwange enakuzo ziryongerwa,
Nemyaka egyobulamubwo girisukirizibwa.
Obanga olina amagezi, weberera namagezi weka :
Era bwononyomanga, kuliba kugwe weka.

Omukazi omusirusiru alekana ;
Talina magezi, so taliko kyamanyi.

14 Era atula ku mulyango gwenyumbaye,
Ku ntebe mu bifo ebyomukibuga ebigulumivu,
15 Okuita abo abaitawo,
Abakwatira dala amakubo gabwe,
16 Nti Buli ataḍina magezi akyamire muno :
Noyo abulwa okutegera amugamba nti
17 Ama'zi ama'be ge gawoma,
Nemere erirwa mu kyama yesanyusa.
18 Naye tamanyi ngabafu bali eyo :
Ngabagenyibe bali mu buziba bwamagombe.

10

1 ENGERO za Sulemani.

Omwana owamagezi asanyusa kitawe :
Naye omwana omusirusiru anakuwaza nyina.
2 Obugaga obwobubi tebuliko kyebugasa :
Naye obutukirivu buwonya mu kufa.
3 Mukama talireka meme ya mutukirivu okufa enjala :
Naye okwegomba kwababi akusindika eri.
4 Ayavuwala oyo akola nomukono ogudiride :
Naye omukono gwabanyikivu guleta obugaga.
5 Akungulira mu kyeya mwana wa magezi :
Naye oyo eyebakira mu biro ebyokukunguliramu ye mwana akwasa ensonyi.
6 Emikisa giba ku mutwe gwomutukirivu :
Naye ekyejo kibika ku kamwa kababi.
7 Ekijukizo kyomutukirivu kirina ómukisa :
Naye erinya lyababi lirivunda.
8 Aḍina omutima ogwamagezi alikiriza ebiragiro :
Naye omubuyabuya aligwa.
9 Atambulira mu bugolokofu yatambula mirembe :
Naye akyamya amakuboge alimanyibwa.
10 Atemya eriso aleta enaku :
Naye omusirusiru omubuyabuya aligwa.

Akamwa komutukirivu nsulo ya bulamu: 11
Naye ekyejo kibika ku kamwa kababi.
Okukyawa kuleta enyombo: 12
Naye okwagala kubika ku byonono byona.
Mu mimwa gyoyo alina okwawula mulabikamu 13
amagezi:
Naye omugo gwa mabega goyo abulwa okutegera.
Abamagezi batereka okumanya: 14
Naye akamwa komusirusiru kwe kuzikirira oku-
tavawo.
Ebintu ebyomugaga kye kibugakye ekyamanyi: 15
Abavu okuzikirira kwabwe bwavu bwabwe.
Omulimu ogwomutukirivu (guleta) bulamu; 16
Ekyengera ekyomubi (kireta) kwonona.
Oyo ali mu kubo eryobulamu asayo omwoyo eri 17
okubulirirwa:
Naye oyo aleka okunenyezebwa akyama.
Oyo akisa okukyawa wa mimwa gya bulimba; 18
Noyo awairiza musirusiru.
Mu lufulube lwebigambo temubula kusobya: 19
Naye oyo áziiza emimwagye akola ebyamagezi.
Olulimi lwomutukirivu feza nonde: 20
Omutima gwababi tegugasa nyo.
Emimwa gyomutukirivu girisa bangi: 21
Naye abasirusiru bafa olwokubulwa okutegera.
Omukisa gwa Mukama gwe gugagawaza, 22
So tagata buinike bwona wamu nagwo.
Okukola obubi muzanyo gwa musirusiru: 23
Era bwegatyo amagezi bwegabera eri omuntu
alina okutegera.
Omubi kyatya kirimujira: 24
Nekyo abatukirivu kyebegomba balikiwebwa.
Empewo ezakazimu bweziita, awo omubi nga 25
takyaliwo:
Naye omutukirivu musingi gwa luberera.
Ngomwenge omukatufu bwegugira amanyo, era 26
ngomuka bwegugira amaso,
Nomugayavu bwagira bwatyo abo abamutuma.

27 Okutya Mukama kuwangaza:
Naye emyaka gyababi girisalibwako.
28 Esubi eryabatukirivu liriba sanyu:
Naye okusubira kwababi kulizikirira.
29 Ekubo lya Mukama kigo eri omugolokofu;
Naye kuzikirira eri abo abakola ebitali bya butukirivu.
30 Omutukirivu talijululwa enaku zona:
Naye ababi tebalibera munsi.
31 Akamwa komutukirivu kazala amagezi:
Naye olulimi olubambavu lulimalibwawo.
32 Emimwa gyomutukirivu gimanyi ebikirizibwa:
Naye omumwa gwababi gwogera bubambavu.

11

1 Eminzani eyobulimba ya muzizo eri Mukama:
Naye ekipima ekitufu kyasanyukira.
2 Amalala lwegaja, lwewaja nensonyi:
Naye amagezi gaba nabetowaza.
3 Obutayonona obwabagolokofu bulibalungamya:
Naye obubambavu bwabo abasala enkwe bulibazikiriza.
4 Obugaga tebuliko kyebugasa ku lunaku olwobusungu:
Naye obutukirivu buwonya mu kufa.
5 Obutukirivu bwoyo eyatukirira bulirungamya ekubolye:
Naye omubi aligwa olwobubibwe ye.
6 Obutukirivu obwabagolokofu bulibawonya:
Abo abasala enkwe balikwasibwa netima lyabwe bo.
7 Omuntu omubi bwafanga, okusubirakwe kuzikiriranga:
Nesubi eryobutali butukirivu libula.
Omutukirivu awonyezebwa mu naku,
8 Omubi nada mu kifokye.

Atamanyi Katonda azikiriza mune nakamwake: 9
Naye abatukirivu baliwonyezebwa olwokumanya.
Abatukirivu bwebalaba ebirungi, ekibuga kisa- 10
nyuka:
Era ababi bwebabula. wabawo okulekana.
Omukisa ogwabagolokofu gwe gugulumiza eki- 11
buga:
Naye akamwa kababi ke kakisula.
Anyoma mune abulwa amagezi: 12
Naye omuntu alina okutegera asirika.
Atambulatambula ngalyolyoma abikula ebyama: 13
Naye oyo alina omwoyo omwesigwa akisa ekiga-
mbo.
Okulungamya okwamagezi nga kubuze, abantu 14
bagwa:
Naye mu batesa ebigambo abangi mwe muli emi-
rembe.
Eyeimirira oyo gwatamanyi alibalagalwa: 15
Naye akyawa obuima aliba wa nkalakalira.
Omukazi owekisa aguguba nekitibwa: 16
Nabasaja abamawagali baguguba nobugaga.
Asasira akola bulungi ememeye ye: 17
Naye omukambwe ateganya omubirigwe ye.
Omubi afuna empera emulimbalimba: 18
Naye oyo asiga obutukirivu aba nempera eyenka-
lakalira.
Anyuwerera mu butukirivu (yalituka) mu bula- 19
mu:
Noyo agoberera obubi yeta yeka.
Abo abalina omutima omukyamu ba muzizo eri 20
Mukama:
Naye abo abalina ekubo eryatukirira bāsanyu-
kira.
Omukono (newakubade nga gwegata) nomukono, 21
omuntu omubi taliwona kubonerezebwa:
Naye ezade eryabatukirivu liriwonyezebwa.
Ngekyobuyonjo ekya zabu ekiri mu nyindo ye- 22
mbizi,

(Bwatyo) bwabera omukazi omulungi atalina kutesa.
23 Abatukirivu kyebegomba birungi bisa:
(Naye) ababi kyebasubira busungu.
24 Wabawo asasanya neyeyongera nate okwala;
Era wabawo akodowala okusinga bwekigwana, naye (kireta) okwetaga obwetazi.
25 Ememe egabagabana erigeja:
Noyo afukirira ama'zi, naye alifukirirwa ye nyini.
26 Ama engano, abantu balimukolimira:
Naye omukisa guliba ku mutwe gwoyo agitunda.
27 Anyikira okunonya ebirungi, anonya nokuganja:
Naye akenenya etima, lirimujira.
28 Eyesiga obugagabwe aligwa:
Naye abatukirivu baliyera ngamalagala amabisi.
29 Ateganya enyumbaye ye alisikira empewo:
Nomusirusiru aliba mudu woyo alina omutima ogwamagezi.
30 Ebibala byomutukirivu muti gwa bulamu;
Noyo alina amagezi afuna ememe (zabantu).
31 Laba, omutukirivu aliwebwa empera munsi;
Omubi nomwononyi tebalisinga nyo?

12

1 AYAGALA okubulirirwa ayagala okumanya:
Naye oyo akyawa okunenyezebwa ali nganga ensolo.
2 Omuntu omulungi aliwebwa Mukama ekisa:
Naye omuntu owenkwe embi alimusalira omu sango okumusinga.
3 Omuntu talinyuwezebwa lwa bubi:
Naye emizi gyabatukirivu tegirijululwa enaku zona.
4 Omukazi eyegendereza ngule eri bawe:
Naye aswaza kivundu mu magumbage.
5 Ebirowozo ebyabatukirivu bya nsonga:

(Naye) ababi byebatesa bulimba.
Ebigambo ebyababi bya kutega musai: 6
Naye akamwa kabagolokofu kalibawonya.
Ababi bamegebwa nebabula: 7
Naye enyumba eyabatukirivu eriimirira.
Omuntu alisimibwa ngamagezige bwegali: 8
Naye oyo alina omutima omukyamu alinyomebwa.
Oyo ataitibwamu ka buntu, era alina omudu, 9
Asinga oyo eyesamu ekitibwa era abulwa ebyokulya.
Omuntu omutukirivu alowoza obulamu bwensoloye: 10
Naye okusasira kwababi kukambwe.
Alima ensiye aliba nemere nyingi: 11
Naye agoberera abataliko kyebagasa abulidwa okutegera.
Omubi yegomba ekitimba kyabasaja abekyejo: 12
Naye ekikolo ekyabatukirivu kibala (ebibala).
Mu kusobya kwemimwa mulimu ekyambika eri 13
omuntu owekyejo:
Naye omutukirivu aliva mu kulaba enaku.
Omuntu alikuta ebirungi olwebibala ebyaka- 14
mwake:
Nebikolwa ebyemikono gyomuntu alibisasulibwa.
Ekubo eryomusirusiru dungi mu masoge ye: 15
Naye owamagezi awulira okuwererwa ebigambo.
Okweralikirira kwomusirusiru kumanyibwa ma- 16
ngwago:
Naye omuntu omutegevu akisa ensonyi.
Ayatula ebyamazima ayolesa obutukirivu, 17
Naye omujulirwa owobulimba ayolesa obukusa.
Wabawo ayogera ngayanguiriza ngokufumita 18
okwekitala:
Naye olulimi lwabamagezi kwe kulama.
Omumwa ogwamazima gulinyuwezebwa emire- 19
mbe gyona:

Naye olulimi olulimba lwa kasera busera.
20 Okudyeka kuli mu mitima gyabo abatesa obubi:
Naye abatesa emirembe baba nesanyu.
21 Omutukirivu talibako kabi kaliraba:
Naye abekyejo balikuta obubi.
22 Emimwa egirimba gya muzizo eri Mukama:
Naye abo abakola ebyamazima bāsanyukira.
23 Omuntu omutegevu akisa okumanya:
Naye omutima gwabasirusiru gulalika obusirusiru.
24 Omukono gwabanyikivu gulifuga:
Naye omugayavu balimukoza omulimu ogwobudu.
25 Enaku bweziba mu mutima gwomuntu zigukutamya;
Naye ekigambo ekirungi kigusanyusa.
26 Omutukirivu aba musale eri mune:
Naye ekubo eryababi libawabya.
27 Omuntu omugayavu tayokya ekyo kyakute ngai'ga;
Naye ebintu ebyomuwendo omungi ebyabantu (biba bya) munyikivu.
28 Mu kubo eryobutukirivu mwe muli obulamu;
Ne mu luwenda lwabwo temuli kufa.

13

1 Omwana owamagezi (awulira) okuigiriza kwa kitawe:
Naye omunyomi tawulira kunenyezebwa.
2 Omuntu analyanga ebirungi olwebibala ebyakamwake:
Naye ememe eyabasala enkwe (eneryanga) kugirirwa kyejo.
3 Akuma akamwake anyuweza obulamubwe:
(Naye) ayasama enyo akamwake aliba nokuzikirira.
4 Ememe eyomugayavu yegomba neteba na kintu:
Naye ememe eyabanyikivu erigeja.

Omuntu omutukirivu akyawa obulimba: 5
Naye omuntu omubi mugwagwa, era akwatibwa ensonyi.
Obutukirivu bumukuma oyo akwata ekubo ego- 6
lokofu:
Naye ekyejo kisula oyo alina ebibi.
Wabawo eyegagawaza, naye nga talina kintu: 7
Wabawo eyeyavuwaza, naye ngalina obugaga bungi.
Obugagabwe bwe bununula obulamu bwomuntu: 8
Naye omwavu tawulira kukanga kwona.
Omusana ogwabatukirivu gusanyuka: 9
Naye etabaza eyababi erizikizibwa.
Amalala galeta okuwakana okwerere: 10
Naye amagezi gaba nabo abatesa obulungi.
Obugaga obufunibwa olwebigambo ebitalimu buli- 11
kendezebwa:
Naye oyo akunganya ngakola emirimu aliba nokwala.
Esubi erirwawo lisindukiriza ememe: 12
Naye ekyegombebwa bwekija kiba muti gwa bulamu.
Buli anyoma ekigambo yeretako okuzikirira: 13
Naye oyo atya ekiragiro aliwebwa empera.
Eteka eryomugezigezi nsulo ya bulamu, 14
Okuva mu byambika ebyokufa.
Okutegera okulungi kuleta okuganja: 15
Naye ekubo eryabasala enkwe bi.
Buli muntu omutegevu akola emirimu nokuma- 16
nya:
Naye omusirusiru ayālira obusirusiru.
Omubaka owekyejo agwa mu bubi: 17
Naye omutume omwesigwa kwe kulama.
Obwavu nensonyi (biriba) byoyo agana okubuli- 18
rirwa:
Naye asayo omwoyo eri okunenyezebwa alisibwamu ekitibwa.
Ekyegombebwa bwekitukirira kiwomera ememe: 19

Naye okuva mu bubi kwa muzizo eri abasirusiru.
20 Otambuliranga nabantu abamagezi, nawe oliba namagezi:
Naye munabwe wabasirusiru alibalagalwa.
21 Obubi bugoberera abalina ebibi:
Naye abatukirivu balisasulibwa ebirungi.
22 Omuntu omulungi alekera obusika abana baba nabe:
Nobugaga bwoyo alina ebibi buterekerwa omutukirivu.
23 Mu nimiro ezabavu (mulimu) emere nyingi:
Naye wabawo azikirizibwa olwobutagoberera nsonga.
24 Atakwata mugogwe akyawa omwanawe:
Naye oyo amwagala amukangavula ebiro nga bikyali.
25 Omutukirivu alya, ememeye nekuta:
Naye olubuto lwababi lulirumwa enjala.

14

1 Buli mukazi owamagezi azimba enyumbaye:
Naye omusirusiru agyabya nemikonogye ye.
2 Atambulira mu bugolokofubwe atya Mukama:
Naye akyamakyama mu makuboge amunyoma.
3 Mu kamwa komusirusiru mulimu omugo ogwamalala:
Naye emimwa gyabamagezi giribakuma.
4 Eteri nte ekisibo kiba kirongofu:
Naye amanyi gente galeta okwala kungi.
5 Omujulirwa omwesigwa talimba:
Naye omujulirwa owobulimba ayogera ebyokuwairiza.
6 Anyoma anonya amagezi natagalaba:
Naye okumanya kwangu eri oyo alina okutegera.
7 Ingira mu maso gomusirusiru,
Tolabe (kuye) mimwa gya kumanya.

Okutegera ekubolye ge magezi gomutegevu : 8
Naye abasirusiru obusirusiru bwabwe kulimba.
Abasirusiru bakudalira omusango : 9
Naye mu bagolokofu mulimu ekisa.
Omutima gumanya okulumwa kwagwo ; 10
So nomugenyi teyetabula mu sanyu lyagwo.
Enyumba eyababi erisulibwa : 11
Naye ewema eyabagolokofu eriba nomukisa.
Waliwo ekubo omuntu lyaita edungi, 12
Naye enkomerero yalyo ge makubo agokufa.
Neweguseka omutima gunakuwala ; 13
Nenkomerero yokuseka buinike.
Ada enyuma mu mutimagwe alikuta amakuboge 14
ye :
Nomuntu omulungi (alikuta) ye ye nyini.
Atalina magezi akiriza buli kigambo kyona : 15
Naye omuntu omutegevu akebera nyo amagendage.
Omuntu owamagezi atya, nava mu bubi : 16
Naye omusirusiru aba netitimbuli, era yeyinula.
Ayanguwa okusunguwala alikola ebyobusiru- 17
siru :
Nomuntu asala enkwe embi akyaibwa.
Abatalina magezi basikira obusirusiru : 18
Naye abategevu basibwako engule kwe kumanya.
Ababi bakutamira abalungi ; 19
Nabekyejo awali emizigo egyabatukirivu.
Omwavu ne mune amukyawa : 20
Naye omugaga alina emikwano mingi.
Anyoma mune ayonona : 21
Naye asasira abavu alina omukisa.
Abagunja obubi tebawaba ? 22
Naye okusasirwa namazima (biriba) byabwe abagunja obulungi.
Omulimu gwona guliko kyegugasa : 23
Naye okubuyabuya kwemimwa kwavuwaza bwavuwaza.
Obugaga bwabwe ye ngule eyabamagezi : 24

(Naye) obusirusiru bwabasirusiru busirusiru (bwerere).
25 Omujulirwa owamazima awonya ememe zabantu:
Naye aleta ebyobulimba akyamya.
26 Mu kutya Mukamu mulimu okuguma enyo omwoyo:
Nabanabe baliba nobudukiro.
27 Okutya Mukama nsulo ya bulamu,
Okuva mu byambika ebyokufa.
28 Mu lufulube lwabantu mwe muli ekitibwa kya kabaka:
Naye okubulwa abantu kwe kuzikirira kwomulangira.
29 Alwawo okusunguwala alina okutegera kungi:
Naye alina omwoyo ogwanguiriza agulumiza obusirusiru.
30 Omutima omutufu bwe bulamu obwomubiri:
Naye obugya kwe kuvunda kwamagumba.
31 Ajoga omwavu avuma Omutonziwe:
Naye asasira oyo eyetaga amusamu ekitibwa.
32 Omubi asindikibwa wansi mu kwononakwe:
Naye omutukirivu alina esubi mu kufakwe.
33 Amagezi gabera mu mutima gwoyo alina okutegera:
Naye (ekiri) mu kitundu ekyabasirusiru ekyomunda kimanyisibwa.
34 Obutukirivu bugulumiza egwanga:
Naye ekibi kivumisa egwanga lyona.
35 Omudu akola ebyamagezi yaganja eri kabaka:
Naye obusungubwe buliba (eri) oyo akwasa ensonyi.

15

1 Okudamu negonjebwa kukyusa ekiruwi:
Naye ekigambo ekyekayu kisanūla obusungu.
2 Olulimi lwabamagezi lwogera okumanya nga bwekisana:

Naye akamwa kabasirusiru kayiwa obusirusiru.
Amaso ga Mukama gaba mu buli kifo, 3
Nga galabirira ababi nabalungi.
Olulimi oluwonya muti gwa bulamu: 4
Naye bweruba nobukyamu, omwoyo gumenyeka.
Omusirusiru anyoma okubulirira kwa kitawe: 5
Naye oyo asayo omwoyo eri okunenya afuna obutegevu.
Mu nyumba eyomutukirivu mubamu obugaga 6
bungi:
Naye mu magoba agomubi mulimu okulaba enaku.
Emimwa gyabamagezi gabunya okumanya: 7
Naye omutima gwabasirusiru si bwegukola.
Sadaka eyomubi ya muzizo eri Mukama: 8
Naye okusaba kwabagolokofu kwasanyukira.
Ekubo eryomubi lya muzizo eri Mukama: 9
Naye amwagala oyo agoberera obutukirivu.
Waliwo okubulirirwa okuzibu eri oyo aleka ekubo 10
lye nyini:
(Era) oyo akyawa okunenyezebwa alifa.
Amagombe nokuzikirira biri mu maso ga Mu- 11
kama:
Kale emitima gyabana babantu tegisinga nyo?
Omunyomi tayagala kunenyezebwa: 12
Tayagala kugenda eri abamagezi.
Omutima ogujaguza gusanyusa amaso: 13
Naye obuinike obwomutima bwe bumenya omwoyo.
Omutima gwoyo alina okutegera gunonya okuma- 14
nya:
Naye akamwa kabasirusiru emere yako busirusiru.
Enaku zona ezabo ababonyabonyezebwa mbi: 15
Naye oyo alina omutima ogujaguza (alya) embaga etevawo.
Akatono akaliko okutya Mukama 16
Kasinga obugaga bungi obuliko obuinike.

17 Amalúma awali okwagalana
Gasinga ente eya sava awali nokukyawagana.
18 Omuntu owobusungu asanula oluyombo:
Naye alwawo okusunguwala akakanya empaka.
19 Ekubo eryomugayavu liri ngolukomera olwamagwa:
Naye oluwenda olwabagolokofu lufuka olugudo.
20 Omwana owamagezi asanyusa kitawe:
Naye omuntu omusirusiru anyoma nyina.
21 Obusirusiru buba sanyu eri oyo atalina magezi:
Naye omuntu alina okutegera alungamya amagendage.
22 Awatali magezi okutesa kufa:
Naye kunyuwerera mu lufulube lwabo abatesa ebigambo.
23 Omuntu asanyukira okudamu okwomukamwake:
Nekigambo ekijira mu ntuko zakyo nga kirungi!
24 Eri owamagezi ekubo eryobulamu (lyambuka) wagulu,
Alyoke ave mu magombe wansi.
25 Mukama alisimbula enyumba eyabamalala:
Naye alinyuweza ensalo ya namwandu.
26 Okusala enkwe embi kwa muzizo eri Mukama:
Naye ebigambo ebisanyusa biba birongofu.
27 Ayayanira amagoba ateganya enyumbaye ye:
Naye akyawa enguzi yaliba omulamu.
28 Omutima gwomutukirivu gufumitiriza okwanu kula:
Naye akamwa kababi kafuka ebitasana.
29 Mukama ababa wala ababi:
Naye awulira okusaba kwabatukirivu.
30 Omusana ogwamaso gusanyusa omutima:
Nebigambo ebirungi bige'za amagumba.
31 Okutu okuwulira okunenya okwobulamu
Kulibera mu bamagezi.
32 Agana okubulirirwa anyoma ememeye ye:
Naye oyo awulira okunenya afuna okutegera.

Okutya Mukama amagezi kwegaigiriza; 33
Era okwetowaza kukulembera ekitibwa.

16

Okutegeka omutima kugwanira muntu: 1
Naye okwanukula kwolulimi kuva eri Mukama.
Amakubo gona agomuntu gaba malongofu mu 2
masoge ye:
Naye Mukama apima emyoyo.
Emirimugyo giterese Mukama, 3
Nebirowozóbyo birinyuwezebwa.
Mukama yakolera buli kintu omulimu gwakyo: 4
Wewawo, era nababi yabakolera olunaku olwokulabirako enaku.
Buli muntu alina omutima ogwamalala wa muzizo 5
eri Mukama:
Omukono (newakubade nga gwegata) nomukono,
taliwona kubonerezebwa.
Okusasira namazima bye birongosa obutali butu- 6
kirivu:
Era okutya Mukama kwe kugya abantu mu bubi.
Amakubo agomuntu bwegasanyusa Mukama, 7
Atabaganya naye era nabalabebe.
Akatono akaliko obutukirivu 8
Kakira amagoba mangi wamu nebitali bya nsonga.
Omutima gwomuntu gutesa ekubolye: 9
Naye Mukama yalungamya ebigerebye.
Obulaguzi buba mu mimwa gya kabaka: 10
Akamwake tekalisobya mu kusala omusango.
Ebigera neminzani ebitufu biba bya Mukama: 11
Ebipima byona ebyomunsawo mulimugwe.
Okukola obubi kwa muzizo eri bakabaka: 12
Kubanga obutukirivu bwe bunyuweza entebe.
Emimwa emitukirivu bakabaka gyebasanyukira; 13
Era bagala oyo ayogera ebyensonga.
Obusungu bwa kabaka babaka abokufa: 14

Naye omuntu owamagezi alibukakanya.
15 Mu musana ogwamaso ga kabaka mwe muli obulamu;
Nokuganzakwe kire kya mu togo.
16 Okufuna amagezi nga kusinga nyo okufuna zabu!
Wewawo, okufuna okutegera kulondebwa okukira feza.
17 Olugudo olwabagolokofu kuleka bubi:
Akuma ekubolye awonya emeneye.
18 Amalala gakulembera okuzikirira,
Nomwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo.
19 Aba nomwoyo ogwetowaza wamu nabavu
Akira agereka omunyago wamu nabamalala.
20 Asayo omwoyo eri ekigambo aliraba ebirungi:
Era buli amwesiga Mukama alina omukisa.
21 Alina omutima ogwamagezi balimuita mutegevu:
Nobuwomerevu bwemimwa bwongera okuiga.
22 Okutegera lu'zi lwa bulamu eri nyinikwo:
Naye abasirusiru obusirusiru (bwabwe) bwe bubabulirira.
23 Omutima gwowamagezi guigiriza akamwake,
Negwongera okuiga ku mimwagye.
24 Ebigambo ebisanyusa bisenge bya njuki,
Biwomerera ememe, era bwe bulamu eri amagumba.
25 Waliwo ekubo omuntu lyaita edungi,
Naye enkomerero yalyo makubo ga kufa.
26 Omululu gwomukozi gumukolera emirimu;
Kubanga akamwake kamwegairira.
27 Omuntu ataliko kyagasa agunja etima:
Era mu mimwagye mubamu omuliro ogusonsomola.
28 Omuntu omubambavu asiga empaka:
Era omulyolyomi akyaisa abomukwano enyo.
29 Omuntu owekyejo asendasenda mune,
Namutwala mu kubo eritali dungi.
30 Aziba amaso, kwe kutesa ebigambo ebyobubambavu:

Aluma emimwa atukiriza obubi.
Omutwe oguliko envi ngule ya kitibwa, 31
Gunalabikanga mu kubo eryobutukirivu.
Alwawo okusunguwala asinga abamanyi; 32
Nafuga omwoyogwe akira amenya ekibuga.
Akalulu kasulibwa mu lugoye olwomukifuba; 33
Naye okulagira kwako kwona kuva eri Mukama.

17

Akamere akaluma awamu nobuterevu 1
Kakira enyumba ejude embaga omuli okuyomba.
Omudu akola ebyamagezi alifuga omwana akwasa 2
ensonyi,
Era aliba nomugabo ogwobusika mu boluganda.
Entamu erongosa eba ya feza, nekikomi kya zabu: 3
Naye Mukama yakema emitima.
Akola obubi asayo omwoyo eri emimwa emibi; 4
Nomulimba awulira olulimi olwetima.
Akudalira omwavu avola Omutonziwe: 5
Noyo asanyukira obuinike taliwona kubonerezebwa.
Abana babana ngule ya bakade; 6
Nabana ekitibwa kyabwe bakitabwe.
Okwogera ebikulu tekusanira musirusiru: 7
Kale emimwa egirimba gisanira gitya omulangira?
Ekirabo jinja lya muwendo mungi mu maso goyo 8
alinakyo:
Gyekikyukira yona kiraba omukisa.
Abika ku kusobya anonya okwagala: 9
Naye ayeyereza ekigambo akyaisa abomukwano enyo.
Okunenya kuingira nyo mu nyini kutegera 10
Okusinga emigo kikumi bwegiingira mu musirusiru.
Omuntu omubi anonya obujemu bwerere; 11
Omubaka omukambwe kyaliva atumibwa okumukwata.

12 Edubu enyagidwako abana bayo esisinkane nomuntu,
Aleme okusisinkana nomusirusiru mu busirusirubwe.
13 Asasula obubi olwobulungi,
Obubi tebuliva ku nyumbaye.
14 Okutanula okuyomba kuli ngomuntu bwa'gulira ama'zi:
Kale olekanga okuwakana nga tewanabawo kuyomba.
15 Awa omubi obutukirivu noyo asalira omutukirivu okumusinga,
Bombi benkana okuba abomuzizo eri Mukama.
16 Kiki ekibesawo omuwendo mu mukono gwomusirusiru okugula amagezi,
Nga talina kutegera?
17 Owomukwano ayagala mu biro byona,
Era owolunganda yazalirwa obuinike.
18 Omuntu abulwa okutegera akuba mu ngalo,
Nafuka omuima mu maso ga mune.
19 Ayagala okuyomba ayagala okusobya:
Agulumiza enyo omuzigogwe anonya okuzikirira.
20 Alina omutima omubambavu taliko bulungi bwalaba:
Noyo alina olulimi olukyamu agwa mu bubi.
21 Azala omusirusiru yeretako obuinike:
Era kitawe womusirusiru talina sanyu.
22 Omutima ogujaguza dagala dungi:
Naye omwoyo ogumenyese gukaza amagumba.
23 Omuntu omubi agya enguzi mu kifuba,
Okukyamya amakubo agokusala omusango.
24 Amagezi gaba mu maso goyo alina okutegera:
Naye amaso gomusirusiru gaba mu njuwi zensi ezikomererayo.
25 Omwana omusirusiru buinike bwa kitawe,
Era bubalagaze bwa mukazi eyamuzala.
26 Era okubonereza omutukirivu si kulungi,

(Newakubade) okukuba abalungi ngobalanga obugolokofu (bwabwe).
Aziiza ebigambobye alina okumanya: 27
Noyo alina omwoyo ogwemizi muntu mutegevu.
Era nomusirusiru bwasirika bamuita wa magezi: 28
Bwabuniza emimwagye (bamulowoza nga) mutegevu.

18

Eyeyawula anonya kyeyegomba (yeka), 1
Era alalukira amagezi gona amatufu.
Omusirusiru tasanyukira kutegera, 2
Naye omutimagwe gwebikule bwebikuzi.
Omubi bwaja, nokunyoma kuja, 3
Era awamu nokuswazibwa (newaja) nokuvumibwa.
Ebigambo ebyomukamwa komuntu ma'zi ga buziba; 4
Olu'zi olwamagezi muga ogukulukuta.
Okukiriza amaso gomubi si kulungi, 5
Newakubade okugoba omutukirivu bwawoza.
Emimwa gyomusirusiru giingira mu nyombo, 6
Akamwake nekasaba emigo.
Akamwa komusirusiru kwe kuzikirirakwe, 7
Nemimwagye kye kyambika ekyememeye.
Ebigambo ebyomugeyi biri ngebyokulira ebirungi, 8
Era bika mu bisenge ebyomulubuto.
Era noyo atenguwa ngakola emirimu 9
Ye muganda woyo azikiriza.
Erinya lya Mukama kigo kya manyi: 10
Omutukirivu adukira omwo naba mirembe.
Omugaga obugagabwe kye kibugakye ekyamanyi, 11
Era bugwe muwanvu mu kulowozakwe ye.
Okuzikirira nga tekunabawo omutima gwomuntu gwegulumiza, 12
Era okwetowaza kukulembera ekitibwa.

13 Adamu nga tanawulira,
Busirusiru nensonyi gyali.
14 Omwoyo gwomuntu guliwanirira obunafubwe ;
Naye omwoyo omumenyefu ani ainza okugugumikiriza ?
15 Omutima gwomutegevu gufuna okumanya ;
Nokutu kwabamagezi kunonya okumanya.
16 Ekirabo ekyomuntu kimuseguliza,
Era kimutusa mu maso gabakulu.
17 Asoka okuwoza (afanana nga) ye mutukirivu ;
Naye mune naja namukebera.
18 Akalulu kalekesayo enyombo,
Era kalamula abamanyi.
19 Owoluganda anyize (kizibu okumufuna) okusinga ekibuga ekyamanyi :
Era enyombo (eziri bwezityo) ziri ngebisiba ebyekigo.
20 Olubuto lwomuntu lulikuta ebibala ebyakamwake ;
Ekyengera ekyomumimwagye kyalinyiwa.
21 Okufa nobulamu biba mu buinza bwolulimi ;
Nabo abalwagala balirya ebibala byalwo.
22 Alaba omukazi okumufumbirwa alaba ekirungi,
Era afuna okuganja eri Mukama.
23 Omwavu yegairira :
Naye omugaga adamu nebogo.
24 Akwana emikwano mingi yeretako okuzikirira :
Naye waliwo owomukwano eyegata enyo okusinga owoluganda.

19

1 Omwavu atambulira mu butayononabwe
Akira owemimwa emikyamu era omusirusiru.
2 Era ememe obutaba na kumanya si kirungi ;
Noyo ayanguiriza nebigerebye ayonona.
3 Obusirusiru bwomuntu bwe buvunika ekubolye ;
Nomutimagwe gunyigira Mukama.

Obugaga bwongera emikwano mingi : 4
Naye omwavu akyawagana nomukwanogwe.
Omujulirwa owobulimba taliwona kubonereze- 5
bwa ;
Noyo ayogera ebyokudyeka talirokoka.
Bangi abalimusaba omugabagabanyi obuganzi : 6
Era buli muntu aba mukwano gwoyo awa ebi-
rabo.
Omwavu bagandabe bona bamukyawa : 7
Mikwanogye tebasinga nyo kumwewala !
Abaiganya nebigambo, (naye) nga bagenze.
Afuna amagezi ayagala ememeye ye : 8
Anyuweza okutegera aliraba ebirungi.
Omujulirwa owobulimba taliwona kubonereze- 9
bwa ;
Naye ayogera ebyobulimba alizikirira.
Okwekanasa tekusanira musirusiru ; 10
(Kale) omudu okufuga abalangira kusana kutya ?
Okutesa kwomuntu kwe kumulwisawo okusu- 11
nguwala ;
Era okusonyiwa ekyonono kye kitibwakye.
Obusungu bwa kabaka buli ngokuwuluguma 12
kwempologoma ;
Naye obuganzibwe musulo ku subi.
Omwana omusirusiru naku za kitawe : 13
Nokuyomba kwomukazi kwe kutonya olutata.
Enyumba nobugaga bwe busika obuva eri baki- 14
tabwe :
Naye omukazi omutegevu ava eri Mukama.
Obugayavu buleta otulo tungi ; 15
Nomuntu atakola mulimu alirumwa enjala.
Akuma ekiragiro akuma ememeye : 16
(Naye) atasayo mwoyo eri amakuboge alifa.
Asasira omwavu awola Mukama, 17
Era alimusasula nate ekikolwakye ekirungi.
Kangavula omwanawo, kubanga esubi weriri ; 18
So tewegomba kuzikirirakwe.
Omuntu owekiruwi ekingi aliriwa : 19

Kubanga bwolimuwonya kirigwanira okukola bwotyo nate omulundi ogwokubiri.
20 Wulira okutesa, okirize okuigirizibwa,
Obere namagezi enkomereroyo eyoluvanyuma ngetuse.
21 Mu mutima gwomuntu mulimu okufumitiriza kungi ;
Naye okutesa kwa Mukama kwe kulinyuwera.
22 Omuntu ekimwagaza kisakye :
Nomwavu akira omulimba.
23 Okutya Mukama (kuleta) bulamu :
Noyo (alinakwo) aliberera awo nga kumumala ;
Talijirwa bubi.
24 Omugayavu anyika omukonogwe mu kibya,
So tayagala na kugu'za nate ku kamwake.
25 Kuba omunyomi, atalina magezi anaiga obutegevu :
Era bulirira oyo alina okutegera, (era) anategera okumanya.
26 Anyaga kitawe nagoba nyina,
Ye mwana akwasa ensonyi era aleta ekivume.
27 Mwana wange, leka okuwulira okuigirizibwa,
Nolyoka okyama (bukyami) okuva mu bigambo ebyokumanya.
28 Omujulirwa ataliko kyagasa akudalira omusango :
Nakamwa kababi kamira obutali butukirivu.
29 Emisango gyategekerwa abanyomi,
Nemigo (gyategekerwa) amabega gabasirusiru.

20

1 Omwenge mukudazi, ekitamiza mulekanyi ;
Era buli akyama olwebyo talina magezi.
2 Entisa ya kabaka kuwuluguma kwa mpologoma :
Amusunguwaza ayonona obulamubwe ye.

Omuntu eyewala enyombo yefunira ekitibwa : 3
Naye buli musirusiru ayagala okuyombanga.
Omugayavu taganya kulima olwa togo ; 4
Kyaliva asabiriza okukungula nga kutuse nataba na kintu.
Okutesa okwomumutima gwomuntu kuli nga- 5
ma'zi agomulu'zi oluwanvu ;
Naye omuntu alina okutegera alikusena.
Abantu bangi abalirangira buli muntu ekisakye 6
ye :
Naye omuntu omwesigwa ani ainza okumulaba ?
Omuntu omutukirivu atambulira mu butayono- 7
nabwe,
Abanabe abadawo balina omukisa.
Kabaka atude ku ntebe esalirwako emisango 8
Asasanya obubi bwona namasoge.
Ani ainza okwogera nti Nongoseza omutima 9
gwange,
Ndi mulongofu mu kwonona kwange ?
Ebipima ebitenkana nebigera ebitenkana 10
Byombi bya mizizo eri Mukama.
Era nomwana omuto yemanyisa olwebikolwa- 11
bye,
Omulimugwe obanga mulongofu, obanga mulungi.
Okutu okuwulira, neriso eriraba, 12
Mukama ye yakola byombi.
Toyagala kwebaka oleme okutuka mu bwavu ; 13
Zibula amasogo, onokutanga emere.
Tekiriko kyekigasa, tekiriko kyekigasa, bwayoge- 14
ra agula :
Naye ngamaze okugenda nalyoka yenyumiriza.
Waliwo zabu namainja amatwakavu mangi nyo : 15
Naye emimwa egyokumanya kya buyonjo kya muwendo mungi.
Twala ekyambalo kyoyo eyeimirira gwatama- 16
nyi ;
Era omubowe oyo (eyeimirira) batamanyi.

17 Emere eyobulimba ewomera omuntu ;
Naye oluvanyuma akamwake kalijula omusenyu.
18 Buli kigambo kyomalirira kinyuwezebwa na kutesa :
Era tabalanga nokukulemberwa okwamagezi.
19 Atambulatambula ngalyolyoma abikula ebyama :
Kale tewetabula noyo ayasama enyo emimwagye.
20 Akolimira kitawe oba nyina,
Etabazaye erizikizibwa mu kizikiza ekikute zigizigi.
21 Obusika (buinzika) okufunibwa amangu oluberyeberye ;
Naye enkomerero yabwo teriba na mukisa.
22 Toyogeranga nti Ndisasula obubi :
Lindirira Mukama naye alikuwonya.
23 Ebipima ebitenkana bya mizizo eri Mukama ;
Neminzani eyobulimba si nungi.
24 Amagenda gomuntu gava eri Mukama ;
Kale no omuntu ainza atya okutegera ekubolye ?
25 Kyambika eri omuntu, okwogera ngayanguiriza nti Kitukuvu,
Awo ngamaze okweyama nalyoka abuza.
26 Kabaka owamagezi awewa ababi,
Era abaletako namuziga (awula).
27 Omwoyo gwomuntu ye tabaza ya Mukama,
Ekebera ebitundu byona ebyolubuto ebyomunda.
28 Okusasira namazima biwonya kabaka :
Era okusasira kwe kuwanirira entebeye.
29 Abalenzi ekitibwa kyabwe manyi gabwe :
Nabakade omutwe oguliko envi bwe bulungi bwabwe.
30 Emigo egiruma gimalawo obubi :
Nenga (zituka) mu bitundu ebyolubuto ebyomunda.

21

Omutima gwa kabaka guli mu mukono gwa 1
Mukama ngemiga :
Agukyusa gyayagala yona.
Buli kubo eryomuntu dungi mu masoge ye : 2
Naye Mukama yapima emitima.
Okukola ebyensonga nebyomusango 3
Kukirizibwa Mukama okusinga sadaka.
Amaso agegulumiza nomutima ogwamalala, 4
(Ye) tabaza eyababi, kwe kwonona.
Ebirowozo ebyomunyikivu (bireta) bungi bwe- 5
rere :
Naye buli muntu ayanguiriza (ayanguya) okwe-
taga obwetazi.
Okufuna obugaga nolulimi olulimba 6
Muka ogutwalibwa eruwi neruwi ; (ababunonya)
banonya okufa.
Ekyejo ekyababi kiribamalawo ; 7
Kubanga bagana okukola ebyensonga.
Ekubo lyoyo eyebinise omusango likyamakyama 8
nyo nyini :
Naye omulongofu omulimugwe mulungi.
Bera ku nyumba wagulu awafunda 9
Oleme okubera nomukazi omuyombi mu nyumba
engazi.
Ememe yomubi yegomba obubi : 10
Mune taganja na kamu mu masoge.
Omunyomi bwabonerezebwa, atalina magazi aga- 11
funa :
Era owamagezi bwaigirizibwa awebwa oku-
manya.
Omuntu omutukirivu alowoza enyumba eyo- 12
mubi ;
Ababi bwebasulibwa nebabula.
Aziba amatuge omwavu bwakaba, 13
E-a naye alikaba, naye taliwulirwa.

14 Ekirabo ekyomukyama kikakanya obusungu,
Nekitone ekyomukifuba (kikakanya) ekiruwi ekingi.
15 Okukola ebyensonga sanyu lya mutukirivu.
Naye kuzikirira eri abakola ebitali bya butukirivu.
16 Omuntu awaba okuva mu kubo eryokutegera
Aliwumulira mu kunganiro eryabafu.
17 Ayagala esanyu aliba mwavu:
Ayagala omwenge namafuta taliba mugaga.
18 Omubi aba kinunulo kya mutukirivu;
Noyo asala enkwe (ada) mu kifo kyabagolokofu.
19 Bera munsi eyolukola
Oleme okubera nomukazi omuyombi anyiganyiga.
20 Mu nyumba eyomutukirivu mulimu obugaga obwomuwendo omungi namafuta;
Naye omusirusiru abumira.
21 Agoberera obutukirivu nokusasira
Alaba obulamu nobutukirivu nekitibwa.
22 Omuntu owamagezi alinya mu kibuga ekyabamanyi,
Nakakanya amanyi agobugumu bwakyo.
23 Buli akuma akamwake nolulimirwe
Akuma ememeye obutalaba naku.
24 Omuntu owamalala eyegulumiza, erinyalye munyomi,
Akolera emirimu mu titimbuli eryamalala.
25 Okwegomba okwomugayavu kumu'ta;
Kubanga emikonogye gigana okukola emirimu.
26 Wabawo ayayana enyo okuzibya obude:
Naye omutukirivu awa nata'ma.
27 Sadaka eyababi ya muzizo:
Bwagireta nememe embi, tesinga nyo (kuba ya muzizo)?
28 Omujulirwa owobulimba alibula:
Naye omuntu awulira alyogera nga tewali amulimbulula.

Omuntu omubi akakanyaza amasoge : 29
Naye omugolokofu aliranya amakuboge.
Tewali magezi newakubade okutegera 30
Newakubade okutesa ku Mukama.
Embalasi etegekerwa olunaku olwolutalo : 31
Naye okuwangula kuva eri Mukama.

22

Erinya (edungi) lya kulondebwa okusinga obu- 1
gaga obungi,
Nokuganja nokwagalwa okusinga feza ne zabu.
Omugaga nomwavu balabagana : 2
Mukama ye yabatonda bona.
Omuntu omutegevu alaba akabi neyekweka : 3
Naye abatalina magezi baita buisi nebafirwa.
Obugaga nekitibwa nobulamu 4
Ye mpera eyokwetowaza nokutya Mukama.
Amagwa nebyambika biri mu kubo eryomuba- 5
mbavu :
Akuma ememeye alibibera wala.
Manyiza omwana omuto mu kubo erimugwanira 6
okutambuliramu,
Awo newakubade nga mukade talirivamu.
Omugaga afuga abavu, 7
Neyewola aba mudu wawola.
Asiga obutali butukirivu alikungula obuinike : 8
Nomugo ogwobusungubwe guligwawo.
Alina eriso erigabagabana aliba nomukisa ; 9
Kubanga awa omwavu ku mereye.
Goba omunyomi, nokuyomba kunavawo ; 10
Wewawo, okuwakana nokuswazibwa birikoma.
Ayagala omutima omulongofu, 11
Olwekisa ekyomumimwagye kabaka kyaliva abera
mukwanogwe.
Amaso ga Mukama gakuma (oyo alina) okuma- 12
nya,
Naye asula ebigambo ebyomuntu asala enkwe.

13 Omugayavu ayogera nti Empologoma eri bweru:
Na'tirwa mu ngudo.
14 Akamwa kabakazi abagenyi kinya kiwanvu:
Akyaibwa Mukama aligwa omwo.
15 Obusirusiru busibibwa mu mutima gwomwana omuto;
(Naye) omugo ogukangavula gulibugobera wala okuva gyali.
16 Ajoga omwavu okwongera (ku magobage),
Noyo agabira omugaga (atuka) mu kwetaga bwetazi.

17 Tega okutukwo owulire ebigambo ebyabamagezi,
Era sayo omutimagwo eri okumanya kwange.
18 Kubanga kigambo kya sanyu bwobera nabyo mundayo,
Bwebinyuwerera waimu ku mimwagyo.
19 Obwesigebwo bube eri Mukama,
Kyenvude nkubimanyisa lero gwe.
20 Sikuwandikide birungi nyo nyini
Ebyokutesa nebyokumanya;
21 Okukutegeza ebigambo ebyamazima bwebitabusibwabusibwa,
Olyoke obadize ebigambo ebyamazima abo abakutuma?
22 Tonyaganga mwavu kubanga mwavu,
So tojoganga abonyabonyezebwa mu mulyango:
23 Kubanga Mukama yaliwoza ensonga yabwe,
Era abo ababanyaga alibanyagako obulamu.
24 Tokwananga na muntu owobusungu:
Togendanga na muntu owekiruwi:
25 Oleme okuiga amakuboge,
Nofunira ememeyo ekyambika.
26 Tobanga ku muwendo gwabo abakuba mu ngalo,
Newakubade ogwabo abeimirira amabanja:
27 Obanga tolina kya kusasula,
Yandigyewo ekitandakyo wansiwo lwaki?
28 Tojululanga kabonero ka nsalo akeda,

Bajajabo kebasimba.
Olaba omuntu anyikira mu mulimugwe? aliimi- 29
rira mu maso ga bakabaka ;
Taliimirira mu maso gabakopi.

23

Bwotulanga ku mere wamu nomukungu, 1
Olowolezanga dala oyo ali mu masogo ;
Era weteke akambe ku bulagobwo, 2
Obanga oli muntu muluvu.
Tewegombanga nvaze enungi ; 3
Kubanga bye byokulya ebyobulimba.
Tewekoya okuba omugaga ; 4
Va ku magezigo gwe.
Onekaliriza amaso kwekyo ekitaliwo? 5
Kubanga mazima (obugaga) bwefunira ebiwawa-
tiro,
Ngempungu ebuka mu gulu.
Tolyanga mere yoyo alina eriso ebi, 6
So tewegombanga nvaze nungi :
Kubanga nga bwalowoza mundaye, bwali bwa- 7
tyo :
Lya, nywa, bwakugamba ;
Naye omutimagwe teguli wamu nawe.
Enoga gyolide onogisesema, 8
Nofirwa ebigambobyo ebirungi.
Toyogeranga omusirusiru ngawulira ; 9
Kubanga ananyoma amagezi agebigambobyo.
Tojululanga kabonero ka nsalo akeda ; 10
So toingiranga mu nimiro ezabatalina bakitabwe :
Kubanga omununuzi wabwe wa manyi ; 11
Aliwoza ensonga yabwe nawe.
Sayo omutimagwo eri okuigirizibwa, 12
Namatugo eri ebigambo ebyokumanya.
Tolekanga kubulirira omwana : 13
(Kubanga) bwonomukuba nomugo, talifa.

14 Omukubanga nomugo,
Nowonya ememeye mu magombe.
15 Mwana wange, omutimagwo obanga gwa magezi,
Omutima gwange gunasanyuka, ogwange :
16 Wewawo, ememe yange enesanyuka,
Emimwagyo bwegyogera ebyensonga.
17 Omutimagwo guleme okukwatirwa obugya abalina ebibi :
Naye (oberanga) mu kutya Mukama okuzibya obude :
18 Kubanga mazima empera weri ;
Nesubiryo teririmalibwawo.
19 Mwana wange, wulira obere namagezi,
Olungamye omutimagwo mu kubo.
20 Tobanga ku muwendo gwabo abekamirira omwenge ;
Mwabo abevūbīka enyama :
21 Kubanga omutamivu nomuluvu balituka mu bwavu :
Nokubongota kulyambaza (omuntu) enzina.
22 Owuliranga kitawo eyakuzala,
So tonyomanga nyoko ngakadiye.
23 Gula amazima, so togatundanga ;
(Wewawo), amagezi nokuigirizibwa nokutegera.
24 Kitawe womutukirivu alisanyuka nyo :
Noyo azala omwana owamagezi aliba nesanyu.
25 Kitawo ne nyoko basanyuke,
Nomukazi eyakuzala ajaguze.
26 Mwana wange, mpa omutimagwo,
Namasogo gasanyukire amakubo gange.
27 Kubanga omukazi omwenzi lukonko luwanvu ;
Nomukazi omugenyi bunya bwa kanyigo.
28 Wewawo, atega ngomunyazi,
Era ayaza abasala enkwe mu bantu.
29 Ani alaba obuinike ? ani ana alaba enaku ? ani alina enyombo ?
Ani alina okwemulugunya ? ani alina ebiwundu ebyobwerere ?

Ani amyusa amaso ?
Abo abalwawo ku mwenge ;
Abo abagenda okunonya omwenge omutabule.
Totunuliranga mwenge bwegumyuka,
Bwegwolesa ebala lyagwo mu ndeku,
Bweguka empola :
Enkomerero guluma ngomusota,
Gubalagala ngembalasasa.
Amasogo galiraba ebyekitalo,
Nomutimagwo gulyogera ebigambo ebyobubambavu.
Wewawo, oliba ngoyo agalamira wakati mu nyanja,
Oba ngoyo agalamira wagulu ku mulongoti.
Bankubye, (bwolyogera bwotyo,) nesirumwa ;
Bankubye, nesiwulira :
Ndyebaka di ? nagunonya nate omulundi ogwokubiri.

24

Tokwatirwanga bugya abantu ababi,
So tewegombanga okuba awamu nabo :
Kubanga omutima gwabwe gutesa okujoga,
Nemimwa gyabwe gyogera ku tima.
Amagezi ge gazimbya enyumba ;
Nokutegera kwe kuginyuweza :
Nokumanya kwe kujuza ebisenge
Obugaga bwona obwomuwendo omungi era obusanyusa.
Omuntu owamagezi aba wa manyi ;
Wewawo, omuntu alina okumanya ayongera obuinza.
Kubanga olirwana olutalolwo na kutesa okwamagezi :
Era mu batesa ebigambo abangi mwe muli emirembe.

7 Amagezi magulumivu nyo, galema omusirusiru :
Tayasama kamwake mu mulyango.
8 Agunja okukola obubi,
Abantu balimuita omuntu owetima.
9 Okulowoza kwomusirusiru kwonona :
Era omunyomi wa muzizo eri abantu.
10 Bwozirika ku lunaku olwokulabirako obuinike,
Amanyigo nga matono.
11 Obawonyanga abo abatwalibwa okutibwa,
Nabo abagenda okutibwa tolemanga kuziiza.
12 Bwolyogera nti Laba, tetwamanya kino :
Oyo apima emitima takirowoza ?
Noyo akuma ememeyo takimanyi ?
Era talisasula buli muntu ngomulimugwe bweguli ?
13 Mwana wange, olyanga omubisi gwenjuki, kubanga mulungi ;
Nebisenge byazo ebiwomera amatamago :
Olimanya ngamagezi gawomera bwegatyo ememeyo :
14 Obanga ogalabye, awo walibawo empera,
Nesubiryo teririmalibwawo.
15 Totegera nyumba ya mutukirivu, gwe omuntu omubi ;
Tonyaga kifo kyawumuliramu :
16 Kubanga omuntu omutukirivu agwa emirundi musanvu naimuka nate :
Naye ababi obuinike bubasula.
17 Tosanyukanga omulabewo bwagwanga,
So nomutimagwo guleme okusanyuka bwamegebwa :
18 Mukama aleme okukiraba nekimunyiza,
Nakyusa obusungubwe okumuvako.
19 Teweralikiriranga olwabo abakola obubi ;
So tokwatirwanga bugya ababi :
20 Kubanga tewaliba mpera eri omuntu omubi ;
Etabaza eyababi erizikizibwa.
21 Mwana wange, otyanga Mukama ne kabaka :

(So) tewetabulanga nabo abagala okujululajulula :
Kubanga obuinike bwabwe buliimuka nga teba- 22
manyiride ;
Era ani amanyi okuzikirira kwabwe bombi ?

Era na bino bigambo bya bagezigezi. 23
Okusosola mu bantu bwosala emisango si kirungi.
Agamba omubi nti Gwe mutukirivu ; 24
Abantu balimukolimira, amawanga galimuta-
mwa :
Naye abo abamunenya be baliba nesanyu, 25
Nomukisa omulungi gulibatukako.
Adamu ebyensonga 26
Anywegera emimwa.
Tekateka omulimugwo ebweru, 27
Ogwetegekere mu nimiro ;
Oluvanyuma nolyoka ozimba enyumbayo.
Tolumirizanga muno awatali nsonga : 28
So tolimbanga na mimwagyo.
Toyogeranga nti Ndimukola nga ye bwankoze 29
nze ;
Ndisasula omusaja oyo ngomulimugwe bwegu-
bade.
Naita ku nimiro eyomugayavu, 30
Nolusuku olwemizabibu lwoyo atalina kutegera ;
Awo, laba, amagwa nga galubunye lwona, 31
Omwenyango nga gubise kulwo kungulu,
Nolukomera lwalwo olwamainja nga lusulidwa.
Awo nentunula nendowoza nyo : 32
Nalaba nempebwa okuigirizibwa.
Wakyaliwo okwebaka kutono, okubongota ku- 33
tono,
Okufunya engalo kutono okwebaka ;
Bwekityo obwavubwo bulituka ngomunyazi ; 34
Nokwetagakwo ngomusaja akute ebyokulwa-
nyisa.

25

1 Era na zino ngero za Sulemani, abasaja ba
Kezekiya kabaka wa Yuda zebāwandika.

2 Okukisa ekigambo kitibwa kya Katonda :
Naye okukebera ekigambo kye kitibwa kya
bakabaka.
3 Egulu nga bwerigenda enyo wagulu, nensi
nga bwegenda enyo wansi,
Nomutima gwa bakabaka tegunonyezeka.
4 Gyawo amasengere mu feza,
Nemuvamu ekibya ekyomulongosa :
5 Gyawo ababi mu maso ga kabaka,
Nentebeye erinyuwezebwa mu butukirivu.
6 Tewekuza mu maso ga kabaka,
So toimiriranga mu kifo ekyabakulu :
7 Kubanga wakiri bakugambe nti Yambuka
wano ;
Notosibwa wansi mu maso gomulangira,
Amasogo gwegalabye.
8 Tofulumanga mangu okuwakana,
Oleme okubulwa byoba okola enkomerero,
Muno ngakuswaziza.
9 Woza ensongayo ne muno (ye nyini),
So tobikulanga kyama kya bene :
10 Akiwulira aleme okukuvuma,
Okuswalakwo nekutavawo.
11 Ekigambo ekyogerwa nga bwekisanye
Kiri ngamapera aga zabu mu bisero ebya feza.
12 Ngempeta eyomukutu eya zabu nekyobuyo-
njo ekya zabu enungi,
Owamagezi anenya (bwabera bwatyo) eri
okutu kuokugonda.
13 Ngempewo eya serugi bwebera mu biro
ebyokunguliramu,
Omubaka omwesigwa (bwabera bwatyo) eri
abo abamutuma ;

Kubanga awezaweza ememe ya bakamabe.
Ngebire nempewo awatali nkuba, 14
(Bwatyo bwabera) oyo eyenyumiriza olwebirabobye ngalimba.
Okugumikiriza okulwawo enyo kwe kusendasenda 15
omukulu,
Nolulimi olugonvu lumenya egumba.
Olabye omubisi gwenjuki? lyako ogunakumala 16
obumazi;
Oleme okugukuta nogusesema.
Ekigerekyo tekirinyanga mirundi mingi mu nyu- 17
mba ya muno;
Aleme okukunyiwa nakukyawa.
Omuntu awairiza mune 18
Nyondo nekitala nakasale akobwogi.
Okwesiga omuntu atali mwesigwa mu biro ebyo- 19
kulabiramu enaku
Linyo erimenyese nokugulu okusowose.
Ngomuntu ayambula ekyambalo mu biro ebye- 20
mpewo, (era) ngomwenge omukatufu, oguli ku luvu,
Bwatyo bwabera oyo aimbira enyimba omutima oguliko obuinike.
Omulabewo bwalumwa enjala, omuwanga emere 21
eyokulya;
Era bwalumwa enyonta, omuwanga ama'zi okunywa:
Kubanga olikuma amanda agomuliro ku mutwe- 22
gwe,
Era Mukama alikuwa empera.
Embuyaga ezebukika obwa kono zireta enkuba: 23
Nolulimi olulyolyoma bweruleta bwerutyo amaso agaliko obusungu.
Bera wagulu ku nyumba awafunda, 24
Oleme okubera nomukazi omuyombi mu nyumba engazi.
Ngama'zi amanyogovu bwegaba eri ememe eru- 25
mwa enyonta,

Ebigambo ebirungi ebiva munsi eyewala bwebiba bwebityo.
26 Ngolu'zi olutabanguse, nensulo eyononese,
Omuntu omutukirivu (bwabera bwatyo) bwasegulira omubi.
27 Si kirungi okulya omubisi gwenjuki mungi:
Bwekityo (abantu) okunonya ekitibwa kyabwe bo (si) kitibwa.
28 Ataziiza mwoyogwe
Ali ngekibuga ekimenyese songa tekirina bugwe.

26

1 Ngomuzira bwegutasana mu kyeya, era ngenkuba mu biro ebyokukunguliramu,
Nekitibwa bwekityo tekisanira musirusiru.
2 Ngenkazalugya mu kuwaba kwayo, era ngakatai mu kubuka kwayo,
Bwekityo nekikolimo ekyobwerere tekigwa.
3 Oluga lusanira mbalasi, olukoba lusanira ndogoi,
Nomugo gusanira mabega gabasirusiru.
4 Todangamu musirusiru ngobusirusirubwe bwebuli,
Era nawe oleme okumufanana.
5 Omudangamu omusirusiru ngobusirusiru bwebuli,
Aleme okuba owamagezi mu kulowozakwe ye.
6 Awereza ebigambo mu mukono gwomusirusiru
Yesalako ebigere, era anywa okufirwa.
7 Amagulu gawenyera galebeta bulebesi:
Olugero bwerubera bwerutyo mu kamwa kabasirusiru.
8 Ngensawo erimu amainja agomuwendo omungi eri mu kifunvu ekyamainja,
Bwatyo bwabera oyo asamu ekitibwa omusirusiru.
9 Ngerigwa erifumita omukono gwomutamivu,
Olugero bwerubera bwerutyo mu kamwa kabasirusiru.

Ngomulasi afumita bona, 10
Bwabera bwatyo oyo agulirira omusirusiru, noyo agulirira abo abaitawo.
Ngembwa eda ku biseseme byayo, 11
(Bwabera bwatyo) omusirusiru adingana mu busirusirubwe.
Olaba omuntu owamagezi mu kulowozakwe ye? 12
Omusirusiru asubirwa okukira ye.
Omugayavu ayogera nti Waliwo empologoma mu 13
kubo;
Empologoma eri mu ngudo.
Ngolugi bwerukyukira ku ngango zalwo, 14
Omugayavu bwakyukira bwatyo ku kitandakye.
Omugayavu anyika omukonogwe mu kibya; 15
Okuguza nate ku kamwake kumukoyesa.
Omugayavu alina amagezi mu kulowozakwe ye 16
Okukira abantu musanvu abainza okuleta ensonga.
Aitawo neyeralikirira olwempaka ezitali zize 17
Ali (nganga) akwata embwa ku matu.
Ngomulalu akasuka emimuli, 18
Nobusale, nokufa;
Bwatyo bwabera omuntu alimba mune, 19
Nayogera nti Sizanya buzanya?
Enku nga zibuze omuliro kyeguva guzikira: 20
Era awabuze omugeyi, okuyomba kugwawo.
Ngamanda bwegakwata ebisiriza ebyokya nenku 21
nga bwezikoleza omuliro,
Omuntu omuyombi bwakoleza bwatyo oluyombo.
Ebigambo ebyomugeyi biri ngenva nungi, 22
Era bika mu bisenge ebyomulubuto.
Emimwa eminyikivu nomutima omubi 23
Biri ngekintu ekyebumba ekibikidwako amasengere aga feza.
Akyawa akusakusa nemimwagye, 24
Naye atereka obulimba muye:
Bwayogera ekyokwegonza, tomukirizanga: 25

Kubanga mu mutimagwe mulimu ebyemizizo musanvu :
26 Okukyawakwe newakubade nga kwebikako obukusa,
Obubibwe bulyolesebwa mu lwatu mu maso gekibina.
27 Buli asima obunya, aligwa omwo :
Noyo ayiringisa ejinja, lirida kuye.
28 Olulimi olulimba lukyawa abo berwafumita ;
Nakamwa akanyumiriza kaleta okuzikirira.

27

1 Tewenyumirizanga bya nkya :
Kubanga tomanyi bwebinaba olunaku byeruinza okuzala.
2 Omundi akutendereze, so si kamwako gwe ;
Omugenyi, so si mimwagyo gwe.
3 Ejinja lizitowa, nomusenyu muzito ;
Naye okweralikirira kwomusirusiru kubisinga byombi obuzito.
4 Obusungu bukambwe, nekiruwi mukoka ;
Naye ani ainza okuimirira awali obugya ?
5 Okunenya mu lwatu
Kusinga obulungi okwagala okukisibwa.
6 Ebiwundu ebyomukwano byesigwa :
Naye okunywegera kwomulabe kuba kungi nyo nyini.
7 Ememe ekuse etamwa ebisenge byenjuki :
Naye ememe erumidwa enjala buli kintu ekikawa ekiita kiwomerevu.
8 Ngenyonyi ewaba okuva mu kisu kyayo,
Bwatyo bwabera omuntu awaba okuva mu kifokye.
9 Amafuta agomugavu nebyakalosa bisanyula omutima :
Obuwomerevu bwomukwano gwomuntu bwebu-

sanyula bwebutyo (obuva) mu kutesa okwomumwoyogwe.
Mukwanogwo gwe ne mukwano gwa kitawo tebābulira ; 10
So togendanga mu nyumba ya mugandawo ku lunaku kwolabira obuinike :
Muliranwawo akuli okumpi akira owoluganda ali ewala.
Mwana wange, bera namagezi osanyuse omutima gwange, 11
Ndyoke mudemu oyo anvuma.
Omuntu omutegevu alaba obubi neyekweka : 12
(Naye) abatalina magezi baitawo buisi nebafirwa.
Twala ekyambalo kyoyo eyeimirira gwatamanyi ; 13
Era mubowe oyo (eyeimirira) omukazi omugenyi.
Eyebaza mukwanogwe nedobozi dene, ngagoloka enkya mu makya, 14
Kiriitibwa kikolimo gyali.
Okutonya olutata, obude nga bwa nkuba nyingi, 15
Nomukazi omuyombi bafanana :
Ayagala okumuziiza aziiza empewo, 16
Nomukonogwe ogwadyo gulwana namafuta.
Ekyuma kiwagala kyuma ; 17
Bwatyo omuntu awagala amaso ga mukwanogwe.
Buli alima omutini alirya ku bibala byagwo ; 18
Noyo awereza mukamawe alisibwamu ekitibwa.
Ngamaso (bwegolekera) amaso mu ma'zi, 19
Bwegutyo omutima gwomuntu bwegwolekera omuntu.
Amagombe nokuzikirira tebikutanga enaku zona ; 20
Namaso gabantu tegakutanga enaku zona.
Entamu erongosa ya feza, nekikomi kya zabu, 21
Nomuntu (akemebwa) lwa kumutendereza.
Newosekula omusirusiru mu kinu nomusekuzo mu kasoli omusekule, 22
Era naye obusirusirubwe tebulimuvako.

Oberanga munyikivu okumanya embuzizo bweziri, 23

Okeberanga nyo entezo:
24 Kubanga obugaga si bwa luberera;
Era engule eberera awo okutusa emirembe gyona?
25 Omudo omukalu gutwalibwa, nesubi egonvu lirabika,
Nimido egyokunsozi bagiingiza.
26 Abana bendiga baba ba kukwambaza,
Nembuzi gwe muwendo gwenimiro:
27 Era (walibawo) amata agembuzi aganamalanga okukulisa nokulisa abomunyumbayo,
Nebyokulya ebyabawalabo.

28

1 Ababi baduka nga tewali muntu agoberera:
Naye abatukirivu baguma emyoyo ngempologoma.
2 Olwokusobya kwensi bakababaka bamu baba bangi:
Naye olwabantu abalina okutegera nokumanya okunyuwera (kwayo) kulyongerwako.
3 Omuntu eyetaga ajoga abavu
Nkuba ewementa etalekawo mere yona.
4 Abo abaleka amateka batendereza ababi:
Naye abo abakwata amateka bayomba nabo.
5 Abantu ababi tebategera musango:
Naye abo abanonya Mukama bategera byona.
6 Omwavu atambulira mu butayononabwe
Akira obulungi owamakubo amakyamu newakubade nga mugaga.
7 Buli akwata amateka mwana wa magezi:
Naye aba mukwano gwabantu abaluvu akwasa kitawe ensonyi.
8 Ayongera ku bintubye olwamagoba nebisalirwa
Akunganyiza oyo asasira abavu.
9 Akyusa okutukwe obutawulira mateka,
Nokusabakwe kwa muzizo.
10 Buli akyamya abagolokofu mu kubo ebi

Aligwa ye ye nyini mu bunyabwe ye:
Naye abo abatukirira balisikira ebirungi.
Omugaga aba wa magezi mu kulowozakwe ye; 11
Naye omwavu alina okutegera amukebera.
Abatukirivu bwebawangula, wabawo ekitibwa 12
ekinene:
Naye ababi bwebagolokoka, abantu bekweka.
Abika ku kusobyakwe taliraba mukisa: 13
Naye buli akwatula nakuleka alifuna okusasirwa.
Alina omukisa omuntu atya mu biro byona: 14
Naye oyo akakanyaza omutimagwe aligwa mu kabi.
Ngempologoma ewuluguma nedubu etambulata- 15
mbula;
(Bwabera bwatyo) omukulu omubi afuga abantu abavu.
Omulangira atalina kutegera aba mujozi nyo era: 16
(Naye) oyo akyawa omululu aliwangala enaku nyingi.
Omuntu eyebinise omusai ogwa buli muntu yena 17
Alidukira mu kinya; tewabawo muntu amuziiza.
Buli atambula nobugolokofu aliwonyezebwa: 18
Naye owamakubo amakyamu aligwa mangwago.
Alima ensiye aliba nemere nyingi: 19
Naye agoberera (abantu) abataliko kyebagasa aliba nobwavu obulimumala.
Omuntu omwesigwa aliba nokwebazibwa kungi: 20
Naye ayanguwa okugagawala taliwona kubonerezebwa.
Okusosola mu bantu si kulungi: 21
Newakubade omuntu okusobya olwakamere obumere.
Alina eriso ebi ayanguwa okugoberera obugaga, 22
So tamanyi ngokwetaga kulimutukako.
Anenya omuntu oluvanyuma alyeyongera oku- 23
ganja
Okusinga oyo anyumiriza nolulimi.

24 Buli anyaga kitawe oba nyina nayogera nti Si musango ;
Oyo ye mune womuzikiriza.
25 Owomwoyo ogwomululu aleta oluyombo :
Naye amwesiga Mukama aligeja.
26 Eyesiga omutimagwe ye musirusiru :
Naye atambula namagezi yaliwonyezebwa.
27 Agabira omwavu talyetaga :
Naye akisa amasoge aliba nebikolimo bingi.
28 Ababi bwebagolokoka, abantu bekweka :
Naye bwebazikirira, abatukirivu beyongera.

29

1 Omuntu akakanyaza ensingoye bwanenyezebwa emirundi emingi
Alimenyeka nga tamanyiride awatali kuwonyezebwa.
2 Abatukirivu bwebeyongera, abantu basanyuka :
Naye omuntu omubi bwafuga, abantu basinda.
3 Buli ayagala amagezi asanyusa kitawe :
Naye oyo abera nabakazi abenzi amalawo ebintubye.
4 Kabaka anyuweza ensi lwa kusala misango :
Naye asoloza enguzi agisula.
5 Omuntu anyumiriza mune
Ategera ebigerebye ekitimba.
6 Mu kusobya kwomuntu omubi mulimu ekyambika :
Naye omutukirivu aimba nasanyuka.
7 Omutukirivu yetegereza ensonga eyabavu :
Naye omubi talina kutegera okugimanya.
8 Abantu abanyoma basasamaza ekibuga :
Naye abantu abamagezi bakyusa obusungu nebuvawo.
9 Omuntu owamagezi bwaba nempaka nomuntu omusirusiru,

Obanga asunguwala obanga aseka, tewaliba kuwumula.
Abayagala omusai bakyawa oyo eyatukirira: 10
Nomugolokofu banonya obulamubwe.
Omusirusiru ayatula obusungubwe bwona: 11
Naye omuntu owamagezi abuziiza nabukakanya.
Omukulu bwawulira ebyobulimba, 12
Abadube bona baba babi.
Omwavu nomujozi balabagana: 13
Mukama ayakira amaso gabwe bombi.
Kabaka asalira abavu emisango nobwesigwa, 14
Entebeye erinyuwezebwa emirembe gyona.
Omugo nokunenya bireta amagezi: 15
Naye omwana gwebalekera awo akwasa nyina ensonyi.
Ababi bwebeyongera, okusobya kweyongera: 16
Naye abatukirivu balitunulira okugwa kwabwe.
Bulirira omwanawo, anakuwa okuwumula; 17
Wewawo, anasanyusa ememeyo.
Awatali kwolesebwa, abantu basula okuziizibwa: 18
Naye akwata amateka alina omukisa.
Omudu taganya kubulirirwa lwa bigambo: 19
Kubanga newategera talisayo mwoyo.
Olaba omuntu ayanguiriza ebigambobye? 20
Omusirusiru asubirwa okukira ye.
Alera omuduwe nga yekanasa okuva mu buto- 21
bwe
Alimufukira omwana enkomerero.
Omuntu owobusungu aleta enyombo, 22
Nowekiruwi okusobyakwe kuba kungi nyo nyini.
Amalala agomuntu galimutowaza: 23
Naye alina omwoyo ogwetowaza alifuna ekitibwa.
Buli asekimu nomubi akyawa obulamubwe ye: 24
Awulira okulaizibwa natabako kyayogera.
Okutya abantu kuleta ekyambika: 25
Naye buli amwesiga Mukama aliba mirembe.
Bangi abagala okuganja eri omukulu: 26
Naye omusango ogwomuntu (guva) eri Mukama.

27 Omuntu atali wa nsonga wa muzizo eri abatukirivu :
Noyo akwata ekubo egolokofu wa muzizo eri ababi.

30

1 Ebigambo bya Agula mutabani wa Yake ; ebyalagulwa.
Omusaja agamba Isieri, Isieri ne Ukali nti
2 Mazima ndi ngensolo okusinga omuntu yena,
So sirina kutegera kwa muntu :
3 So siiganga magezi,
So sirina kumanya kwoyo Omutukuvu.
4 Ani eyali alinye mu gulu naka ?
Ani eyali akunganyiza empewo mu bikondebye ?
Ani eyali asibye ama'zi mu kyambalokye ?
Ani eyali anyuwezeza enkomerero zona ezensi ?
Erinyalye yani, nomwanawe erinyalye yani, obanga omanyi ?

5 Buli kigambo kya Katonda kikemebwa ;
Aba ngabo eri abo abamwesiga.
6 Toyongeranga ku bigambobye,
Aleme okukunenya nawe olabika nga mulimba.

7 Nkusabye ebigambo bibiri ;
Tonyima nga sinafa :
8 Gyawo ebigambo ebitalimu nebyobulimba wala nange :
Tompa bwavu newakubade obugaga ;
Ndisa emere gyenetaga :
9 Neme okukuta nenkwegana nenjogera nti Mukama yani ?
Era neme okuba omwavu nenziba,
Nenjogera bubi erinya lya Katonda wange.

10 Towairizanga mudu eri mukamawe,
Aleme okukukolimira nawe nolowozebwa ngoziza omusango.

Waliwo abantu abakolimira kitabwe, 11
So tebasabira nyabwe omukisa.
Waliwo abantu ababa abalongofu mu maso gabwe 12
bo,
Era (naye) tebanazibwako empitambi yabwe.
Waliwo abantu, amaso gabwe nga malalambavu ! 13
Nebikowe byabwe bigulumizibwa.
Waliwo abantu amanyo gabwe bitala namasongezo 14
gabwe bwambe,
Okulya abavu okubamalawo kunsi, nabetaga mu
bantu.
Ekinoso kirina abawala bakyo babiri (abogerera 15
wagulu nti) Mpa, mpa.
Waliwo ebintu bisatu ebitakuta enaku zona,
(Wewawo), ebina ebitayogera nti Lekera awo :
Amagombe nolubuto olugumba ; 16
Nensi etekuta ma'zi,
Nomuliro ogutayogera nti Lekera awo.
Eriso erikudalira kitawe, 17
Nerinyoma okugondera nyina,
Banamungona abomukiwonvu balirigyamu,
Nempungu zirirrirya.
Waliwo ebigambo bisatu ebyekitalo ebinema, 18
Wewawo, ebisatu byesimanyi :
Ekubo eryempungu mu banga ; 19
Ekubo eryomusota ku lwazi ;
Ekubo eryeryato wakati mu nyanja ;
Nekubo eryomusaja nomuwala.
Bwerityo bweribera ekubo eryomukazi omwenzi ; 20
Alya nasangula ku mimwagye,
Nayogera nti Siriko bubi bwenkoze.
Ensi ekankanira ebigambo bisatu, 21
Era ebina byeteinza kugumikiriza :
Omudu bwaba kabaka ; 22
Nomusirusiru bwakuta emere ;
Omukazi omugwagwa bwafumbirwa ; 23
Nomuzana asikira mugolewe.

24 Waliwo ebintu bina ebitono kunsi,
Naye birina amagezi mangi nyo nyini:
25 Enkoloto lye gwanga eritalina manyi,
Naye zeterekera emere yazo mu kyeya;
26 Obumyu buntu bunafu,
Naye bwezimbira enyumba zabwo mu mainja;
27 Enzige tezirina kabaka,
Naye zitabala zona bibina bibina;
28 Omunya gukwata nengalo zagwo,
Naye gubera mu mayumbā ga bakabaka.
29 Waliwo ebintu bisatu ebyesimba obulungi mu kutambula kwabyo,
Wewawo, ebina ebyesimba obulungi mu kugenda:
30 Empologoma esinga ensolo zona amanyi,
So tewali gyesegulira yona;
31 Embwa empi'zi; era nembuzi enume;
Ne kabaka atagolokokerwako.
32 Obanga okoze ebyobusirusiru nga wegulumiza,
Obanga olowozeza obubi,
(Teka) omukonogwo ku kamwako.
33 Kubanga okusunda amata kuleta omuzigo,
Nokunyigiriza enyindo kuleta omusai:
Nokunyigiriza kwobusungu bwekutyo kuleta oluyombo.

31

1 Ebigambo bya kabaka Lemueri; ebyalagulwa nyina byeyamuigiriza.
2 Kiki, mwana wange? era kiki, ai mwana wolubuto lwange?
Era kiki, ai mwana wobweyamo bwange?
3 Towanga bakazi amanyigo,
Newakubade amakubogo eri ekyo ekizikiriza bakabaka.
4 Si kwa bakabaka, ai Lemueri, si kwa bakabaka okunywa omwenge;

So si kwa balangira (okwogera nti) Ekitamiza kirirudawa?
Baleme okunywa neberabira amateka,
Nebanyola omusango gwomuntu yena abonyabonyezebwa.
Mumuwe ekitamiza oyo ayagala okufa,
Nomwenge oyo alina ememe eriko obuinike:
Anywe yerabire obwavubwe,
Aleme okujukira nate enakuze.
Yasama akamwako olwa kasiru,
Okuwoza ensonga yabo bona abalekebwa nga tebalina banabwe.
Yasama akamwako osale emisango egyensonga,
Osalire emisango omwavu neyetaga.

Omukazi omwegendereza ani ainza okumulaba?
Kubanga omuwendogwe gusinga wala amainja amatwakavu.
Omutima gwa bawe gumwesiga,
So talibulwa magoba.
Amukola bulungi so s. bubi
Enaku zona ezobulamubwe.
Anonya ebyoya byendiga nepamba,
Nakola emirimu nengaloze nesanyu.
Ali ngamato agabasubuzi;
Emereye agigya wala.
Era agolokoka nga bukyali bwa kiro,
Nawa abomunyumbaye ebyokulya,
Nagabira abawalabe emirimu gyabwe.
Alowoza enimiro nagigula:
Asimba olusuku olwemizabibu nebibala ebyemikonogye.
Yesiba namanyi,
Nanyuweza emikonogye.
Alaba ngobuguzibwe bulimu etunzi:
Etabazaye tezikira kiro.
Ateka engaloze ku mugo ogubako pamba,
Emikonogye negikwata akati akalanga.

20 Ayanjululiza omwavu omukonogwe :
Wewawo, agololera emikonogye oyo eyetaga.
21 Omuzira tagutira abomunyumbaye ;
Kubanga abomunyumbaye bona bambade olugoye olumyufu.
22 Yekolera amagodoli ;
Ebyambalobye bafuta nungi nolugoye olwefulungu.
23 Bawe amanyibwa mu miryango,
Bwatula mu bakade abensi.
24 Atunga ebyambalo ebya bafuta nabitunda ;
Nawa omusubuzi enkoba.
25 Amānyi nokutibwa bye byambalobye ;
Era asekerera ebiro ebigenda okuja.
26 Ayasama akamwake namagezi ;
Neteka eryekisa liba ku lulimirwe.
27 Alabirira nyo empisa ezabomunyumbaye,
So talya mere ya kugayala.
28 Abanabe bagolokoka nebamuita wa mukisa ;
(Ne) bawe, namutendereza (ngayogera nti)
29 Abawala bangi abākola ebyokwegendereza,
Naye gwobasinga bona.
30 Okuganja kulimba nobulungi tebuliko kyebugasa :
(Naye) omukazi atya Mukama yalitenderezebwa.
31 Mumuwe ku bibala ebyemikonogye ;
Nemirimugye gimutendereze mu miryango.

OMUBULIZI.

1

EBIGAMBO Ebyomubulizi, mutabani wa Daudi 1
kabaka mu Yerusalemi.

Obutalimu obusinga obutalimu bwona, bwayo- 2
gera Omubulizi; obutalimu obusinga obutalimu
bwona, byona butalimu. Magoba ki omuntu ga- 3
gya mu mulimugwe gwona gwakola wansi wenju-
ba? Emirembe emirala gigenda, nemirembe 4
emirala gija; ensi neberera awo enaku zona. Era 5
nenjuba evayo, enjuba negwa, neyanguwa okuge-
nda mu kifo kyayo gyeva. Empewo egenda eri 6
obukika obwadyo, nekyukira ebukika obwa kono;
ekyukakyuka buli kasera mu kutambula kwayo,
empewo neda nate mu kwetolola kwayo. Emiga 7
gyona gigenda mu nyanja, naye enyanja tejula;
mu kifo emiga gyegigenda eyo gyegigenda nate.
Ebintu byona bijude obukowu; omuntu tainza ku- 8
bwogera: eriso terikuta kulaba, so nokutu tekuku-
ta okuwulira. Ekyaliwo kye kiribawo; nekyo 9
ekyakolebwa kye kirikolebwa: so tewali kintu
kigya wansi wenjuba. Waliwo ekintu abantu kye- 10
bogerako nti Laba, kino kigya? kyamala okubawo
mu mirembe egyatusoka. Tewali kujukira (mire- 11
mbe) egyeda; so tewaliba kujukira (mirembe) gya
luvanyuma egigenda okuja mwabo abalidawo.

Nze Omubulizi nali kabaka wa Isiraeri mu 12
Yerusalemi. Awo nenzisayo omutima gwange 13
okunonya nokukenenya olwamagezi byona ebiko-

lebwa wansi wegulu: bwe bubalagaze obungi
Katonda bweyawa abana babantu okubaluma.
14 Nalaba emirimu gyona egikolebwa wansi we-
njuba; era, laba, byona butalimu na kugoberera
15 mpewo. Ekikyamye tekiinzika kulungamizibwa:
16 nekyo ekitatuka tekibalika. Natesa nomutima
gwange nze nga njogera nti Laba, nefunide ama-
gezi mangi okukira bona abansoka mu Yerusa-
lemi: wewawo, omutima gwange gwalaba nyo
17 amagezi nokumanya. Nenzisayo omutima gwa-
nge okumanya amagezi nokumanya edalu nobusi-
rusiru: nalaba nga nekyo kwe kugoberera empe-
18 wo. Kubanga mu magezi mangi mulimu obui-
nike bungi: noyo ayongera okumanya ayongera
(okulaba) enaku.

2

1 Nayogera mu mutima gwange nti Kale no,
nakukema nebinyumo; kale bera nesanyu: era,
2 laba, nekyo nga bwe butalimu. Nayogera ku
nseko nti Ziraluse: ne ku binyumo nti Bikola ki?
3 Nanonya mu mutima gwange bwemba nsanyusa
omubiri gwange nomwenge, omutima gwange
nga gukyanungamya namagezi, era bwemba nyu-
weza obusirusiru, ndyoke ntegere ebisanira abana
babantu okukola wansi wegulu enaku zona ezobu-
4 lamu bwabwe. Nekolera emirimu eminene, ne-
zimbira enyumba; nesimbira ensuku ezemiza-
5 bibu; nekolera ensuku nenimiro, nensimba omwo
6 emiti egyebibala ebyengeri zona: nesimira ebidi-
ba ebyama'zi, okugafukiriza ekibira emiti mwe-
7 gyasimbwa: nagula abadu nabazana, nenzalirwa
abadu mu nyumba yange; era nalina obugaga
bungi obwente nembuzi, okukira abo bona aba-
8 nsoka mu Yerusalemi: era nekunganyiza feza
ne zabu, nobugaga obwomu buli nsi obwa baka-

baka nobwomumasaza : nefunira abasaja abaimbi nabakazi abaimbi, nebisanyusa abana babantu, abazana bangi nyo. Awo nemba mukulu, neneyongera okusinga bona abansoka mu Yerusalemi : era amagezi gange negabera nange. Na buli kintu amaso gange kyegegombanga sakigama : saziiza mutima gwange obutalaba sanyu lyona, kubanga omutima gwange gwasanyuka olwemirimu gyange gyona ; era guno gwe gwali omugabo gwange ogwava mu mirimu gyange gyona. Awo nendyoka ntunulira emirimu gyona emikono gyange gyegyali gikoze nokutegana kwenategana okukola : era, laba, byona butalimu na kugoberera mpewo, songa tewali kintu kigasa wansi wenjuba.

Awo nenkyuka okulaba amagezi nedalu nobusirusiru : kubanga omuntu (ainza) ki adirira kabaka ? (Ainza) ekyo ekyakolebwa eda. Awo nendaba ngamagezi gasinga obusirusiru obulungi ngomusana bwegusinga ekizikiza. Omugezigezi amasoge gaba mu mutwegwe, nomusirusiru atambulira mu kizikiza : era naye nentegera nga bona ekigambo kimu kibatukako. Awo nengamba mu mutima gwange nti Ekituka ku musirusiru era kye kirituka kunze nange ; kale namusinga ki amagezi ? Awo nenjogera mu mutima gwange nga nekyo butalimu. Kubanga nomugezigezi era nga nomusirusiru tajukirwa mirembe gyona ; kubanga mu biro ebigenda okuja byona nga byamala da okwerabirwa. Era omugezigezi ngafa okwenkana nomusirusiru ! Awo nenkyawa obulamu ; kubanga emirimu egikolebwa wansi wenjuba gyantama : kubanga byona butalimu na kugoberera mpewo.

Awo nenkyawa okutegana kwange kwona kwenategana wansi wenjuba : kubanga kingwanira okukulekera omusaja alinziririra. Era ani amanyi obanga aliba mugezigezi oba musirusiru ? naye alifuga okutegana kwange kwona kwenate-

gana, era kwenayolesezamu amagezi wansi we-
20 njuba. Era nekyo butalimu. Kyenava nkyuka
omutima gwange negugwamu esubi eryokutegana
21 kwona kwenategana wansi wenjuba. Kubanga
wabawo omuntu okuteganakwe kulina amagezi
nokumanya nobukabakaba ; naye omuntu atate-
gananga omwo gwalikulekera okuba omugabogwe.
22 Era nekyo butalimu na kabi kanene. Kubanga
omuntu afuna ki olwokuteganakwe kwona nolwo-
kufuba kwomutimagwe kwategana wansi we-
23 njuba ? Kubanga enakuze zona buinike (bwe-
rere), nokufubakwe kunakuwala ; wewawo, ne
mu kiro omutimagwe tegubako bweguwumula.
Era nekyo butalimu.
24 Tewali kintu ekigasa omuntu okusinga okulya
nokunywa nokulisa ememeye ebirungi mu kute-
ganakwe. Era nekyo nakiraba nga kiva eri omu-
25 kono gwa Katonda. Kubanga ani ainza okulya,
26 oba ani ainza okuba nesanyu okukira nze ? Ku-
banga omuntu amusanyusa (Katonda) gwawa
amagezi nokumanya nesanyu : naye alina ebibi
amuwa okutegana, akunganye atume entumo, awe
oyo asanyusa Katonda. Era nekyo butalimu na
kugoberera mpewo.

3

1 Buli kintu kiriko entuko yakyo, na buli kiga-
mbo ekiri wansi wegulu kiriko ekisera kyakyo :
ekisera ekyokuzalirwamu, nekisera ekyokufira-
2 mu ; ekisera ekyokusimbiramu, nekisera ekyoku-
3 simbuliramu ekyo ekyasimbibwa ; ekisera ekyo-
kutiramu, nekisera ekyokuwonyezamu ; ekisera
4 ekyokwabizamu, nekisera ekyokuzimbiramu ; eki-
sera ekyokukabiramu amaziga, nekisera ekyo-
kusekeramu ; ekisera ekyokuwubaliramu, neki-
5 sera ekyokuziniramu ; ekisera ekyokusuliramu

amainja, nekisera ekyokukunganyizamu amainja ;
ekisera ekyokugwiramu mu kifuba, nekisera
ekyokulekeramu okugwa mu kifuba ; ekisera 6
ekyokunonyezamu, nekisera ekyokubulirwamu;
ekisera ekyokukumiramu, nekisera ekyokusuliramu ; ekisera ekyokuyulizamu, nekisera ekyoku- 7
tungiramu ; ekisera ekyokusirikiramu, nekisera
ekyokwogereramu ; ekisera ekyokwagaliramu, 8
nekisera ekyokukyairamu ; ekisera ekyokulwaniramu, nekisera ekyokutabaganiramu. Magoba 9
ki gafuna oyo akola emirimu mwekyo mwateganiraa? Nalaba okutegana Katonda kweyawa 10
abana babantu okubateganya. Yafula buli kintu 11
okuba ekirungi mu kisera kyakyo : era yateka ensi mu mutima gwabwe, naye (agitekamu)
bwatyo omuntu nokuinza natainza kukebera
mulimu Katonda gweyakola okuva ku luberyeberye okutuka ku nkomerero. Manyi nga tewa- 12
li kintu kibagasa okusinga okusanyuka nokukola
obulungi enaku zona nga bakyali balamu. Era 13
buli muntu okulya nokunywa nokusanyukira
ebirungi mu kuteganakwe kwona, kye kirabo
kya Katonda. Manyi nga buli Katonda kyakola 14
kiriba kya luberera ; tewali kintu kiinzika okukyongerwako, newakubade okukisalibwako : era
Katonda kyeyava akikola abantu balyoke batye
mu masoge. Ekiriwo kyamala da okubawo ; 15
nekyo ekigenda okubawo kyabawo da : era Katonda anonya nate ekyo ekyaitawo.

Era nate nalaba wansi wenjuba mu kifo ekyo- 16
kusaliramu emisango ngobubi bwali eyo ; ne mu
kifo ekyobutukirivu ngobubi bwali omwo. Nenjo- 17
gera mu mutima gwange nti Katonda yalisala emisango gyomutukirivu nomubi : kubanga eyo eriyo
ekisera ekyekigambo kyona nomulimu gwona.
Nenjogera mu mutima gwange nti (Kiba bweki- 18
tyo) olwabana babantu Katonda alyoke abakeme,
balabe nga bo be nyini bali ngensolo (obusolo).

19 Kubanga ekyo ekituka ku bana babantu kye kituka ku nsolo; ekigambo kimu kibatukako: ngeyo bwefa, noyo bwafa bwatyo; wewawo, bona balina omuka gumu; so abantu tebaliko bwebasinga
20 ensolo: kubanga byona butalimu. Bona bagenda mu kifo kimu; bona bava mu nfufu, era bona ba-
21 da mu nfufu nate. Ani amanyi omwoyo gwabantu obanga gulinya wagulu, nomwoyo gwensolo
22 obanga guka wansi mu taka? Kyenava ndaba nga tewali kintu kisinga kino obulungi, omuntu okusanyukira emirimugye; kubanga ogwo gwe mugabogwe: kubanga ani alimukomyawo okulaba ebiribawo oluvanyumalwe?

4

1 Awo nenzirayo nendaba okujoga kwona kwebajoga wansi wenjuba: era, laba, amaziga gabo abajogebwa, songa tebalina abasanyusa; nobuinza nga buli ku luwi lwabajozi babwe, naye bo nga
2 tebalina abasanyusa. Kyenava ntendereza abafu abamala okufa okusinga abalamu abakyalaba;
3 wewawo, (nendowoza) okusinga bombi oyo atanabawo, atalabanga mulimu mubi ogukolebwa wansi wenjuba.

4 Awo nendyoka ndaba okutegana kwona na buli mulimu ogwamagezi, ngolwekyo omuntu kyava amukwatirwa mune obugya. Era nekyo butalimu
5 na kugoberera mpewo. Omusirusiru afunya emi-
6 konogye, nalya omubirigwe ye. Olubatu lumu wamu nokuterera lusinga embatu biri wamu nokutegana nokugoberera empewo.

7 Awo nenzirayo nendaba obutalimu wansi we-
8 njuba. Wabawo ali omu, nga talina wa kubiri; wewawo, talina mwana newakubade owoluganda: naye okuteganakwe kwona tekuliko wekukoma, so namasoge tegakuta bugaga. Kale nteganira

ani, (bwayogera,) nenyima ememe yange ebirungi? Era nekyo butalimu, wewawo, kweralikirira kungi. Babiri basinga omu; kubanga baba nempera 9
enungi olwokutegana kwabwe. Kubanga bwe- 10
bagwa omu aliimusa mune: naye zimusanze oyo
ali yeka bwagwa, songa talina mune amuimusa.
Nate babiri bwebagalamirira awamu, lwebabu- 11
guma: naye omu ainza atya okubuguma bwaba
(yeka)? Era omuntu bwasinga oyo ali yeka, aba- 12
biri be balimusobola; nomugwa ogwemiyondo
esatu tegutera kukutuka.

Omulenzi omwavu omugezigezi asinga kabaka 13
omukade omusirusiru atakyamanyi kubulirirwa.
Kubanga mu komera mweyava okuba kabaka; 14
wewawo, ne mu bwakabakabwe yazalibwa nga
mwavu. Nalaba abalamu bona abatambulira 15
wansi wenjuba, nga bāli wamu nomulenzi, owoku-
biri, eyaimirira mu kifokye. Abantu bona tebā- 16
liko gyebakoma, abo bona beyakulira: naye abo
abalibawo oluvanyumalwe tebalimusanyukira.
Mazima era nekyo butalimu na kugoberera mpewo.

5

Okumanga ekigerekyo bwogendanga mu nyu- 1
mba ya Katonda; kubanga okusembera okuwu-
lira kusinga okuwayo sadaka eyabasirusiru: ku-
banga tebamanyi nga bakola bubi. Akamwako 2
tekanguirizanga, so nomutimagwo guleme okwa-
nguiriza okwogera ekigambo kyona mu maso ga
Katonda; kubanga Katonda ali mu gulu, nawe oli
kunsi: kale ebigambobyo bibere bitono. Ku- 3
banga ekiroto kijira wamu nolufulube lwemirimu;
nedobozi lyomusirusiru (lijira) wamu nolufulube
lwebigambo. Bwoneyamanga obweyamo eri Ka- 4
tonda, tolwangawo okubusasula; kubanga tasa-
nyukira basirusiru: osasulanga ekyo kyeweyama.

5 Wakiri oleme okweyama, okusinga okweyama
6 nolema okusasula. Toganyanga kamwako okwononyesa omubirigwo; so toyogeranga mu maso ga malaika nga kwali kusobya: kiki ekinaba kimusunguwaliza Katonda edoboziryo, nazikiriza omu-
7 limu ogwemikonogyo? Kubanga (bwekitukirira bwekityo) olwolufulube lwebiroto nobutalimu nebigambo ebingi: naye gwe otyanga Katonda.
8 Bwonolabanga abavu nga babajoga, era nga balya ensonga olwamanyi nebanyola omusango mu saza, tewewunyanga kigambo ekyo: kubanga asinga abagulumivu obugulumivu asayo omwoyo;
9 era waliwo abasinga bo obugulumivu. Nate ekyengera ekyetaka kiba kya bona: kabaka (ye nyini) enimiro emuwereza.
10 Ayagala feza talikuta feza; so noyo ayagala obungi, ekyengera tekirimukusa: era nekyo buta-
11 limu. Ebintu bwebyeyongera, nabo ababirya nebeyongera: awo magoba ki nanyinibyo gafuna,
12 wabula okubiraba obulabi namasoge? Otulo otwomukozi wemirimu tumuwomera, obanga alya bitono obanga bingi: naye omukuto ogwomugaga tegumuganya kwebaka.
13 Waliwo ekibi ekinene kyenalaba wansi wegulu, (kye kino,) obugaga nyinibwo bwakuma neyeru-
14 mya yeka: obugaga obwo nebuzikirira olwebigambo ebibi ebigwawo; era bwabanga azade
15 omwana, nga temuli kintu mu mukonogwe. Nga bweyava mu lubuto lwa nyina, ngali bwerere, bwatyo bwalida, nga bweyaja, so talitwala kintu olwokuteganakwe, kyainza okutwala mu muko-
16 nogwe. Era nekyo kibi kinene, ngaligenda ngali bwatyo mu bigambo byona era nga bweyaja: era magoba ki galina nokutegana nateganira mpewo?
17 Era enakuze zona alira mu kizikiza, era yeralikirira nyo, era abako endwade nobusungu.
18 Laba, ekyo kyenalaba nga kye kiwoma kye kisana kye kino, omuntu okulya nokunywa noku-

sanyukira ebirungi mu kuteganakwe kwona kwa-
tegana wansi wenjuba enaku zona ezobulamubwe
Katonda bweyamuwa: kubanga ogwo gwe muga-
bogwe. Era buli muntu Katonda gwawade obu- 19
gaga nebintu, era ngamuwade obuinza okulyako
nokudira omugabogwe nokusanyukira okutega-
nakwe; ekyo kye kirabo kya Katonda. Kubanga 20
talijukira nyo enaku ezobulamubwe; kubanga
Katonda amudamu olwokusanyuka kwomutima-
gwe.

6

Waliwo ekibi kyenalaba wansi wenjuba, era 1
kizitowerera abantu: omuntu Katonda gwawa 2
obugaga nebintu nekitibwa, nokubulwa natabulwa
kintu olwememeye kwebyo byona byeyegomba,
naye Katonda natamuwa buinza kubiryako, naye
omugenyi yabirya; ekyo butalimu, era ye ndwade
embi. Omuntu bwazala abana kikumi, nawa- 3
ngala emyaka mingi, enaku ezemyakagye neziba
nyingi, naye ememeye netekuta birungi, era
nate nataba na kuzikibwa; njogera ngomwana
omusowole amusinga oyo: kubanga ajira mu 4
butalimu nagendera mu kizikiza, nerinyalye libi-
kibwako ekizikiza; nate talabanga njuba so tagi- 5
manyanga; ono yaba nokuwumula okusinga oyo:
wewawo, newakubade ngawangala emyaka lukumi 6
emirundi ebiri, naye natasanyukira birungi: bona
tebada mu kifo kimu? Okutegana kwona okwo- 7
muntu kuba kwa kamwake, era naye okwegomba
tekukuta. Kubanga omugezigezi asinga atya omu- 8
sirusiru? (oba) omwavu alina ki amanyi okuta-
mbulira mu maso gabalamu? Okulaba namaso 9
kwe kusinga okutambulatambula nomwoyo ogwe-
gomba: era nekyo butalimu na kugoberera mpewo.
Buli ekyabawo, erinya lyakyo lyatumibwa da, 10

era kimanyibwa nga muntu: so tainza kuwa-
11 kanya oyo amusinga amanyi. Kubanga waliwo
ebintu bingi ebyongera ku butalimu, omuntu
12 yeyongera ki okugasa? Kubanga ani amanyi
ekisanira omuntu mu bulamubwe, enaku zona
ezobulamubwe obutalimu bwamalawo ngekisikirize? kubanga ani ainza okubulira omuntu ebiriba oluvanyumalwe wansi wenjuba?

7

1 Erinya (edungi) lisinga amafuta agomugavu
agomuwendo omungi; nolunaku olwokufiramu
2 (lusinga) olunaku olwokuzalirwamu. Okugenda
mu nyumba eyokuwubaliramu kusinga okugenda
mu nyumba eyokuliramu embaga: kubanga eyo
ye nkomerero yabantu bona; nomulamu alikiteka
3 ku mutimagwe. Enaku zisinga enseko: ku-
banga obuinike bwamaso bwe busanyusa omutima.
4 Omutima gwabagezigezi guba mu nyumba eyoku-
wubaliramu; naye omutima gwabasirusiru guba
5 mu nyumba eyebinyumo. Okuwulira okunenya
kwomugezigezi kusinga okuwulira oluimba olwa-
6 basirusiru. Kubanga amagwa nga bwegatulikira
wansi wentamu, enseko zomusirusiru bweziba
7 bwezityo: era nezo butalimu. Mazima obuka-
muzi bufula omugezigezi okuba omusirusiru; era
8 enguzi emalamu okutegera. Enkomerero yeki-
gambo esinga obulungi okusoka kwakyo: alina
omwoyo ogugumikiriza asinga alina omwoyo ogwa-
9 malala. Toyanguirizanga mu mwoyogwo oku-
sunguwala: kubanga obusungu bubera mu kifuba
10 kyabasirusiru. Toyogeranga nti Nsonga ki enaku
ezeda kyezava zisinga zino? kubanga tobuza kino
11 lwa magezi. Amagezi genkana obulungi obusika:
wewawo, gasinga okuwoma eri abo abalaba enjuba.
12 Kubanga amagezi kigo, nga feza bweri ekigo:

naye okumanya kyekuva kusinga obulungi, kubanga amagezi gakuma obulamu bwa nyinigo. Lowoza omulimu gwa Katonda: kubanga ani 13
ainza okulungamya ekyo ye kyeyanyola? Osanyu- 14
kiranga ku lunaku olwokulabiramu omukisa, era olowolezanga ku lunaku olwokulabiramu enaku: Katonda yaliranya olwo ku mabali golwo, omuntu aleme okulaba ekintu kyona (ekiriba) oluvanyumalwe.

Ebyo byona nabirabira mu naku ezobutalimu 15
bwange: waliwo omuntu omutukirivu azikirira mu butukirivubwe, era waliwo omuntu omubi awangalira mu kukola obubibwe. Tosukirira kuba 16
mutukirivu; so tewefula asukiriza amagezi: lwaki gwe okwezikiriza? Tosukirira kuba mubi, so 17
tobanga musirusiru: lwaki gwe okufa ekiserakyo nga tekinatuka? Kirungi okwate ekyo; wewawo, 18
na kiri tokigyako mukonogwo: kubanga atya Katonda aliva mu byona.

Amagezi manyi eri omugezigezi okusinga aba- 19
fuga kumi abali mu kibuga. Mazima tewali 20
muntu mutukirivu kunsi akola ebirungi natayonona. Era tosayo mwoyo eri ebigambo byona 21
ebyogerwa; oleme okuwulira omuduwo ngakukolimira: kubanga emirundi mingi omutimagwo 22
gwe nagwo gumanyi nga nawe bwotyo wakolimira abalala.

Ebyo byona nabikema lwa magezi: nayogera 23
nti Ndiba mugezigezi; naye negambera wala. Ekiriwo kiri wala era kigenda wansi nyo; ani 24
ainza okukikebera? Nakyuka, omutima gwange 25
(nengukakasa) okumanya, nokukenenya, nokunonya amagezi nensonga (zebigambo), nokumanya ngobubi busirusiru, era ngobusirusiru dalu: era ndaba ekigambo ekisinga okufa okubalagala, 26
ye mukazi, omutimagwe byambika nebitimba, nemikonogye giri ngenjegere: buli asanyusa Katonda alimuwona; naye alina ebibi alikwati-

27 bwa ye. Laba, kino kyenalaba, bwayogera Omu-
bulizi, (nga nteka) ekigambo ekirala ku kirala
28 okunonya ensonga: ememe yange kyekyano-
nya, naye sinakiraba: omusaja omu mu lukumi
gwenalaba; naye omukazi mwabo bona gwesira-
29 banga. Laba, kino kyoka kyenalaba nga Katonda
yakola abantu nga bagolokofu; naye bo nebano-
nya bingi byebagunja.

8

1 Ani ali ngomugezigezi? era ani amanyi ekiga-
mbo bwekitegezebwa? Amagezi gomuntu ganyi-
riza amasoge, nobukakanyavu bwamasoge nebu-
2 wanyisibwa. (Nkuwerera ebigambo,) nti Okwata-
nga ekiragiro kya kabaka, era kyova okola bwotyo
3 olwekirairo kya Katonda. Toyanguirizanga okuva
wali; tolemeranga mu kigambo ekibi: kubanga
4 akola buli kyayagala. Kubanga ekigambo kya
kabaka (kirina) obuinza; era ani ainza okumu-
5 gamba nti Okola ki? Buli akwata ekiragiro tali-
bako kigambo kibi kyalimanya; nomutima gwo-
6 muntu omugezigezi gwawula ekisera nokutesa:
kubanga buli kigambo kyoyagala okukola kibako
ekisera kyakyo nokutesa kwakyo; kubanga obui-
7 nike bwomuntu bumuzitowerera nyo: kubanga
tamanyi ekiribawo: kubanga ani ainza okumubu-
8 lira bwekiriba? Tewali muntu alina obuinza ku
mwoyo okuziiza omwoyo; so talina buinza ku
lunaku olwokufiramu; so mu ntalo (ezo) temuli
kusindikibwa: so nobubi tebulimuwonya oyo
9 abugoberera. Ebyo byona nabiraba, nenzisayo
omutima gwange eri buli mulimu ogukolebwa
wansi wenjuba: (wabawo) ekisera omuntu omu
bwabera nobuinza ku mulala olwokumukola
obubi.
10 Era nate nalaba ababi nga babazika, nebaja (eri

entana); nabo abakolanga ebyensonga nebagenda
nga bava mu kifo ekitukuvu, neberabirwa mu
kibuga: era nekyo butalimu. Kubanga omu- 11
sango ogusalirwa ekikolwa ekibi tebagutukiriza
mangu, omutima gwabana babantu kyeguva guka-
kasibwa dala mubo okukola obubi. Alina ebibi 12
newakubade ngakola obubi emirundi kikumi
nawangala nyo, era naye mazima manyi ngabo
abatya Katonda baliba bulungi, abatya mu masoge:
naye omubi taliba bulungi, so taliwangala naku 13
nyingi (eziri) ngekisikirize; kubanga tatya mu
maso ga Katonda. Waliwo obutalimu obukolebwa 14
kunsi; nga waliwo abantu abatukirivu abagwi-
bwako ebiri nganga omulimu ogwababi; nate
waliwo abantu ababi abagwibwako ebiri nganga
omulimu ogwabatukirivu: nenjogera nga nekyo
butalimu. Awo nensima ebinyumo, kubanga omu- 15
ntu talina kintu kyona ekisinga obulungi wansi
wenjuba wabula okulya nokunywa nokusanyuka:
kubanga ebyo biribera naye mu kuteganakwe
enaku (zona) ezobulamubwe Katonda bwamuwade
wansi wenjuba.

Bwenasayo omutima gwange okumanya amagezi, 16
nokulaba emirimu egikolebwa kunsi: [kubanga
waliwo era atafuna tulo namasoge emisana nekiro:]
awo nendaba omulimu gwona ogwa Katonda, 17
omuntu nga tainza kukebera mulimu ogukolebwa
wansi wenjuba: kubanga omuntu newategana
atya okugukebera, naye taligulaba; wewawo, nate
omugezigezi newalowoza okugumanya, nate talii-
nza kugulaba. Kubanga ebyo byona nabiteka ku 9
mutima gwange, okuketa ebyo byona; ngabatuki-
rivu nabagezigezi nemirimu gyabwe bali mu mu-
kono gwa Katonda: obanga kwagala obanga ku-
kyawa omuntu takumanyi; byona biri mu mberi
yabwe. Byona byenkana okujira bona: waliwo 2
ekigambo ekimu eri omutukirivu nomubi; eri
omulungi neri omulongofu neri atali mulongofu;

eri oyo asala sadaka neri oyo atasala sadaka: ngo-
mulungi bwali, alina ebibi bwali bwatyo; noyo
3 alaira ali ngoyo atya ekirairo. Ekyo kibi mu
byona ebikolebwa wansi wenjuba, ngekigambo
ekimu kibajira bona: wewawo, era omutima gwa-
bana babantu gujude obubi, era edalu liri mu
mutima gwabwe nga bakyali balamu, awo oluva-
4 nyuma lwekyo (nebada) mu bafu. Kubanga eri
oyo agatibwa nabalamu bona waliwo esubi: ku-
banga embwa enamu ekira empologoma enfu
5 obulungi. Kubanga abalamu bamanyi nga balifa:
naye abafu tebaliko kyebamanyi, songa tebakya-
lina mpera; kubanga ekijukizo kyabwe kyera-
6 birwa. Okwagala kwabwe kwenkana nokukyawa
nobugya bwabwe okuzikirira kakano: songa teba-
kyalina mugabo enaku zona mu byona ebikolebwa
wansi wenjuba.

7 Wegendere, olye emereyo ngosanyuka, onywe
omwengegwo nomutima ogujaguza; kubanga Ka-
8 tonda amaze okukiriza emirimugyo. Ebyamba-
lobyo bitukulenga enaku zona; so nomutwegwo
9 tegubulwanga mafuta. Bera nomukazi gwoya-
gala nesanyu enaku zona ezobulamubwo obuta-
limu bwakuwade wansi wenjuba, enakuzo zona
ezitalimu: kubanga ogwo gwe mugabogwo mu
bulamu, ne mu kuteganakwo kwotegana wansi
10 wenjuba. Buli kintu omukonogwo kyegulaba
okukola, okikolanga namanyigo; kubanga te-
wali mulimu newakubade okutesa newakubade
okumanya newakubade amagezi mu magombe
gyogenda.

11 Awo nenzirayo nendaba wansi wenjuba nga-
bembiro sibe basinga empaka ezembiro, so naba-
manyi sibe basinga okulwana, so nabagezigezi
sibe bafuna emere, so nabantu abategevu sibe
bafuna obugaga, so nabakababakaba sibe baganja;
naye bona bibagwira bugwizi ebisera nebigambo.
12 Kubanga nomuntu tamanyi kiserakye; ngebye-

nyanja ebikwatibwa mu mugonjo omubi, era ngenyonyi ezikwatibwa mu kyambika, era bwebatyo abana babantu bategebwa mu kisera ekibi, bwekibagwira nga tebamanyiride.

Era nalaba amagezi wansi wenjuba bwentyo, 13
negafanana mangi gyendi: waliwo ekibuga eki- 14
tono nabasaja abali omwo si bangi; kabaka
omukulu nakitabala, nakizingiza, nakizimbako
amakomera amanene: awo newalabika omwo 15
omusaja omwavu omugezigezi, oyo nawonya
ekibuga olwamagezige; era naye newataba muntu
ajukira omusaja oyo omwavu. Awo nenjogera 16
nti Amagezi gasinga amanyi obulungi: era naye
amagezi gomwavu ganyomebwa, ebigambobye
nebatabiwulira.

Ebigambo ebyabagezigezi (ebyogerwa) akasirise 17
babiwulira okusinga okulekana kwoyo afugira
mu basirusiru. Amagezi gasinga ebyokulwa- 18
nyisa: naye omu alina ebibi azikiriza ebirungi
bingi. Ensowera enfu ziwunyisa ekivundu ama- 10
futa agomugavu agomufumbi wa kalifuwa: (bwe-
kityo) obusirusiru obutono bumalawo amagezi
nekitibwa. Omutima gwomugezigezi guba ku 2
mukonogwe ogwadyo; naye omutima gwomusi- 3
rusiru guba ku mukonogwe ogwa kono. Era,
wewawo, omusirusiru bwabanga atambulira mu
kubo, okutegerakwe nekumugwako, nagamba 4
buli muntu nga musirusiru. Omwoyo gwomu-
kulu bwegukugolokokerako, tovanga mu kifo-
kyo; kubanga okwemenya kukakanya okunyiga
okungi. Waliwo ekibi kyenalaba wansi wenjuba, 5
ekiri ngokusobya okuva eri omukulu: obusirusiru 6
nga butuzibwa awali ekitibwa ekinene, abagaga
nebatula mu kifo ekya wansi. Nalaba abadu nga 7
bebagade embalasi, nabalangira nga batambula nga-
badu ku taka. Asima obunya alibugwamu; era 8
awaguza olukomera, omusota gulimuluma. Buli 9
asimula amainja galimuluma; noyo ayasa enku

10 zimuletera akabi. Ekyuma bwekikongontera,
nolema okuwagala omumwa gwakyo, awo kiku-
gwanira okweyongera okusako amanyi: naye
11 amagezi gagasa okulungamya. Omusota bwegu-
luma nga tegunalogebwa, awo omulogo taliko
12 kyagasa. Ebigambo ebyakamwa komugezigezi
bya kisa; naye emimwa gyomusirusiru girimira
13 ye ye nyini. Okusoka kwebigambo ebyomu-
kamwake busirusiru: nenkomerero yokwogera-
14 kwe dalu èrireta akabi. Era omusirusiru ayo-
ngerayongera ebigambo: (naye) omuntu tamanyi
ebiribawo; nebiribawo oluvanyumalwe ani ainza
15 okumubulira? Okutegana kwabasirusiru kuba-
koyesa bona kinomu, kubanga tamanyi waba
16 aita okugenda mu kibuga. Zikusanze, gwe ensi,
kabakawo bwaba nga ye mwana muto, abaku-
17 lubo nebalya enkya! Olina omukisa, gwe ensi,
kabakawo bwaba nga ye mwana wabakungu,
abakulubo nebalīra mu ntuko olwokufuna ama-
18 nyi so si lwa kutamira! Olwobugayavu akasolya
kabotoka; era olwokugayala kwemikono enyu-
19 mba etonya. Embaga bagifumbira kusesa, no-
mwenge gusanyusa obulamu: ne feza eyanuku-
20 lira byona. Tokolimiranga kabaka, newakubade
mu kulowozakwo; so tokolimiranga mugaga
munjuyo mwosula: kubanga enyonyi eyomu-
banga eritwala edobozi, nekirina ebiwawatiro
kiribulira ekigambo ekyo.

11

1 Sula emereyo ku ma'zi: kubanga oligiraba
2 enaku nyingi nga ziisewo. Obawe musanvu omu-
gabo, wewawo, munana; kubanga tomanyi ekibi
3 bwekiriba ekiriba kunsi. Ebire bwebijula enku-
ba, nebiyika kunsi: nomuti bwegugwa okwolekera
obukika obwadyo oba obwa kono, mu kifo omuti

mwegugwa wegulibera. Alabirira embuyaga tali- 4
siga; naye atunulira ebire talikungula. Nga 5
bwotomanyi ekubo eryempewo bweriri, (newa-
kubade) amagumba (bwegakulira) mu lubuto
lwoyo ali olubuto; era bwotyo bwotomanyi
mulimu gwa Katonda akola byona. Enkya osi- 6
ganga ensigozo, nakawungezi todirizanga muko-
nogwo: kubanga tomanyi bweziri kuzo eziriraba
omukisa, oba zino oba ezo, oba zona ziryenkana
okuba enungi. Mazima omusana guwoma, era 7
kigambo kya sanyu amaso okulaba enjuba. We- 8
wawo, omuntu bwawangala emyaka mingi, agi-
sanyukire gyona; naye ajukire enaku ezekizikiza,
kubanga ziriba nyingi. Byona ebija butalimu.

Sanyukira obuvubukabwo, gwe omulenzi; omu- 9
timagwo gukusanyuse mu naku ezobuvubukabwo,
otambulirenga mu makubo agomutimagwo ne mu
kulaba kwamasogo: naye tegera nga Katonda
alikusalira omusango gwebyo byona. Kale gyawo 10
obuinike ku mutimagwo, ogyewo obubi ku mu-
birigwo: kubanga obuto nobuvubuka butalimu.
Era ojukiriranga Omutonziwo mu biro ebyobu- 12
vubukabwo, enaku embi nga tezinaja nemyaka
nga teginasembera bwolyogera nti Sigisanyukira
na kamu; enjuba nomusana nomwezi nemu- 2
nyenye nga tebinazikizibwa, ebire nebikomawo
enkuba ngemaze okutonya: ku lunaku abakumi 3
benyumba kwebalikankanira, abasaja abamanyi
nebakutama nabo abasa nebalekayo kubanga ba-
tono, nabo abalingiza mu bituli nebazikizibwa,
enzigi nezigalwawo mu lugudo; edobozi eryokusa 4
nga likakanye, newabawo aimuka olwokukaba
kwenyonyi, nabawala bona abokuimba bwebalika-
kanyizibwa; wewawo, balitya ekyo ekigulumi- 5
zibwa, ebitisa nebiba mu kubo; nomulozi guli-
mulisa, nejanzi lirizitowa, ne piripiri aligwawo:
kubanga omuntu agenda mu nyumbaye eyolu-
berera, abakungubazi nebatambulatambula mu

6 ngudo: omugwa ogwa feza nga tegunasumulukuka, nekibya ekya zabu nga tekinamenyeka,
nensuwa nga tenayatika ku lu'zi, ne namuziga
7 nga tanayatika ku kidiba; enfufu neda mu taka
nga bweyali, omwoyo neguda eri Katonda eya-
8 guwa. Obutalimu obusinga obutalimu bwona,
bwayogera Omubulizi; byona butalimu.
9 Era nate kubanga Omubulizi yalina amagezi,
neyeyongera okuigiriza abantu okumanya; we-
wawo, yafumitirizanga nanonya naliranya engero
10 nyingi. Omubulizi yanonya okulaba ebigambo
ebikirizibwa, nebyo ebyawandikibwa nobugolokofu, (bye) bigambo ebyamazima.
11 Ebigambo ebyabagezigezi biri ngemiwunda, era
(ebigambo) ebyebifunvu byamakunganiro biri
ngeninga ezikomererwa obulungi, ebiwebwa oku-
12 va eri omusumba omu. Era nate, mwana wange,
labuka: okukola ebitabo ebingi tekuliko gyekukoma; nokuiga enyo kukoya omubiri.
13 Ekigambo ekyo wekikoma wano; byona biwulidwa: otyanga Katonda, okwatanga ebiragirobye;
kubanga ekyo bye byona ebigwanira omuntu.
14 Kubanga Katonda alisala omusango gwa buli
mulimu, wamu na buli kigambo ekyakwekebwa,
obanga kirungi obanga kibi.

OLUIMBA OLUSINGA ENYIMBA.

1

OLUIMBA olusinga enyimba, lwe lwa Sulemani. 1

A'nywegere nokunywegera kwakamwake: 2
Kubanga okwagalakwo kusinga omwenge obulungi.
Amafutago gawunya akalosa; 3
Erinyalyo liri nganga amafuta agafukibwa;
Abawala abatamanyi musaja kyebava bakwagala.
Mpalula: tunakugoberera mbiro: 4
Kabaka anyingiziza mu bisengebye:
Tunakusanyukira netujaguza,
Okwagalakwo tunakwogerako okusinga omwenge:
Bakwagala lwa nsonga.

Ndi mudugavu, naye mulungi, 5
Mwe abawala ba Yerusalemi,
Ngewema Ezekedala,
Ngamagigi ga Sulemani.
Temuntunulira kubanga ndi mudugavu, 6
Kubanga omusana gunjokeza.
Abana ba mange bansunguwalira,
Banfula omukumi wensuku ezemizabibu;
(Naye) olusuku lwange nze salukuma.
Mbulira, gwe ememe yange gweyagala, 7

Gyolisiza (ekisibokyo), gyokigalamiriza mu tuntu;
Kubanga nandiberede ki ngayambade ekibika ku maso
Awali ebisibo bya bano?

8 Obanga tomanyi, gwasinga abakazi bona obulungi,
Fuluma okwate ekubo ogoberere ebigere byendigazo,
Olisize abana bembuzizo awali ewema ezabasumba.

9 Nkufananyiza, ai muganzi wange,
Embalasi eri ku magali ga Falao.
10 Amatamago malungi nemivumbo emirange,
Ensingoyo (nungi) nembu ezebyobuyonjo.
11 Tunakukolera emivumbo egya zabu
Namapesa aga feza.

12 Kabaka bweyali ngatude ku mezaye,
Amafuta gange agomugavu negawunya akalosa kago.
13 Muganzi wange ali gyendi ngomuvumbo gwa moli,
Ogutekebwa wakati wamabere gange.
14 Muganzi wange ali gyendi ngekisaganda kyebimuli ebya kofera
Mu nsuku ezemizabibu Ezengedi.

15 Laba, oli mulungi, gwenjagala; laba, oli mulungi;
Amasogo maiba.

16 Laba, oli mulungi, muganzi wange, wewawo, wa kusanyusa:
Era ekitanda kyafe kya malagala mato.
17 Emikikiro gyenyumba yafe mivule,
Nenzoba zafe nkanaga.

2

Nze ndi kimyula kya Saloni, 1
Edanga eryomubiwonvu.

Ngedanga mu magwa, 2
Gwenjagala bwali bwatyo mu bawala.
Ngomukyungwa mu miti egyomukibira, 3
Muganzi wange bwali bwatyo mu balenzi.
Natula wansi wekisikirizekye nesanyu lingi,
Ebibalabye nebiwomera amatama gange.
Yanyingiza munju eyokuliramu embaga, 4
Nebenderaye eyali kunze kwagala.
Munkwatirire nezabibu enkalu, munsanyuse na- 5
makyungwa;
Kubanga okwagala kundwaziza.
Omukonogwe ogwa kono guli wansi womutwe 6
gwange,
Nomukonogwe ogwadyo gunkute.

Mbalaiza, mwe abawala ba Yerusalemi, 7
Olwempeyo nenjaza ezomutale,
Muleme okugolokosa newakubade okuzukusa
okwagala,
Okutusa wekunayagalira.

Edobozi lya muganzi wange! laba, aja, 8
Ngabukirabukira ku nsozi, ngazinira ku busozi.
Muganzi wange ali ngempeyo oba enangazi ento: 9
Laba, aimirira enyuma wolukomera lwafe,
Alingiza mu bituli,
Yeraga ngalabikira mu mulimu ogulukibwa ogwo-
mukituli.
Muganzi wange yayogera nangamba
Nti Golokoka, gwenjagala, omulungi gyendi, 10
tugende tuvewo.
Kubanga, laba, togo awedeko, 11
Enkuba eise egenze;
Ebimuli birabise ku taka; 12
Ebiro bituse (enyonyi) mweziimbira,

Nedobozi lya kamukukulu liwulirwa munsi yafe;
13 Omutini gwengeza etini zagwo embisi,
Nemizabibu gimulisiza,
Giwunya akalosa kagyo.
Golokoka, gwenjagala, omulungi gyendi, tugende tuvewo.
14 Ai ejiba lyange, abera mu njatika ezomujinja, mu kwekero eryebanga,
Ndabe amasogo, mpulire edoboziryo;
Kubanga edoboziryo dungi, namasogo ga kusanyusa.
15 Mutukwatire ebibe, ebibe ebito, ebyonona ensuku ezemizabibu;
Kubanga ensuku zafe ezemizabibu zimulisiza.
16 Muganzi wange wange, nange wuwe:
Alisiza (ekisibokye) mu malanga.
17 Okutusa obude nga bukede, ebisikirize nebidukira dala,
Kyuka, muganzi wange, obe ngempeyo oba enangazi ento
Ku nsozi eza Besera.

3

1 Ekiro ku kitanda kyange nanonya omusaja ememe yange gweyagala:
Namunonya, naye nesimulaba.
2 (Nenjogera nti) Nagolokoka kakano nentambulatambula mu kibuga,
Mu ngudo ne mu bifo ebigazi,
Nanonya omusaja ememe yange gweyagala:
Namunonya, naye nesimulaba.
3 Abakumi abatambulatambula mu kibuga nebandaba:
(Nembagamba nti) Mulabye oyo ememe yange gweyagala?
4 Nali mbaiseko katono,

Nendaba oyo ememe yange gweyagala:
Ne'munyuweza nesikiriza kumuta,
Okutusa lwenamuleta mu nyumba ya mange,
Ne munju gwoyo anzala.

Mbalaiza, mwe abawala be Yerusalemi, 5
Olwempeyo nenjaza ezomutale,
Muleme okugolokosa newakubade okuzukusa okwagala,
Okutusa wekunayagalira.

Ani ono aja ngalinya ngava mu lukola afanana 6
empagi ezemika,
Asigibwa ebyakalosa ebya moli nomugavu,
Nedagala lyona eryomusubuzi.
Laba, ke kadyeri ka Sulemani; 7
Abasaja abamanyi nkaga baketolode,
Ku basaja abamanyi aba Isiraeri.
Bona bakwata ekitala, ba magezi okulwana: 8
Buli muntu yesiba ekitalakye ku kiwato,
Olwentisa ekiro.
Kabaka Sulemani yekolera egali 9
Eyemiti egyoku Lebanoni.
Empagi zayo yazikola za feza, 10
Wansi wayo zabu, entebe yayo (lugoye lwa) fulungu,
Wakati wayo nga wālire nokwagala,
Okuva eri abawala ba Yerusalemi.
Mufulume, mwe abawala ba Sayuni, mutunulire 11
kabaka Sulemani,
Ngalina engule nyina gyamutikide ku lunaku kwafumbiridwa,
Era ku lunaku omutimagwe kwegusanyukira.

4

Laba, oli mulungi, gwenjagala; laba, oli mulungi; 1
Amasogo maiba enyuma wolugoye lwogabiseko:
Envirizo ziri ngegana lyembuzi,

Ezigalamide ku mbirizi zolusozi Gireada.
2 Amanyogo gali ngegana (lyendiga) ezakaja zisalibweko ebyoya,
Ezirinye okuva mu kunazibwa ;
Buli emu kuzo ngezade abana abalongo,
So tekuli kuzo efiridwa nemu.
3 Emimwagyo giri ngewuzi eyolugoye olutwakavu,
Nakamwako kalungi :
Ekyenyikyo kiri ngekitundu kyekomamawanga
Enyuma wolugoye lwobise ku maso.
4 Ensingoyo eri ngekigo kya Daudi ekyazimbibwa okuterekamu ebyokulwanyisa,
Omuwanikibwa engabo olukumi,
Engabo zona ezabasaja abamanyi.
5 Amaberego gombi gali ngabalongo ababiri abana bempeyo,
Abalira mu malanga.
6 Okutusa obude nga bukede, ebisikirize nebidukira dala,
Negendera eri olusozi olwa moli,
Neri akasozi akomugavu.
7 Oli mulungi wena, gwenjagala ;
So kugwe tekuli bala.

8 Jangu tugende fembi okuva ku Lebanoni, mugole (wange),
Fembi okuva ku Lebanoni :
Lengera ngoima ku ntiko ya Amana,
Ku ntiko ya Senira ne Keremoni,
Ngoima awali empuku eyempologoma,
Ku nsozi ezengo.
9 Osanyusiza omutima gwange, mwanyinaze, mugole (wange) ;
Osanyusiza omutima gwange nerisolyo erimu,
Nomukufu ogumu ogwomubulagobwo.
10 Okwagalakwo nga kulungi, mwanyinaze, mugole (wange) !

Okwagalakwo nga kusinga nyo omwenge ;
Namafutago agomugavu nga gasinga nyo ebyakalosa ebyengeri zona okuwunya obulungi !
Emimwagyo, ai mugole (wange), gitonya ngebi- 11
senge byenjuki :
Omubisi gwenjuki namata biri wansi wolulimirwo ;
Nokuwunya kwebyambalobyo kuli ngokuwunya kwa Lebanoni.
Mwanyinaze, mugole (wange), lwe lusuku olwa- 12
sibibwa ;
Lwe lu'zi olwasibibwa, ye nsulo eyatekebwako akabonero.
Ebimerabyo lusuku lwa mikomamawanga, olulina 13
ebibala ebyomuwendo omungi ;
Kofera nemiti egyomugavu :
Omugavu ne kalikomu, 14
Kalamo ne kinamomo, nemiti gyona egyomugavu ;
Moli ne akalosi, wamu nebyakalosa byona ebisinga obulungi.
Gwe nsulo ya mu nimiro, 15
Olu'zi olwama'zi amalamu,
Era emiga egikulukuta egiva ku Lebanoni.
Muzukuke, mwe embuyaga eziva ebukika obwa 16
kono ; namwe muje, ezebukika obwadyo :
Mukuntire ku nimiro yange, ebyakalosa ebyamu bikulukute.
Muganzi wange aje mu nimiroye ;
Alye ebibalabye ebyomuwendo omungi.

5

Nzize mu nimiro yange, mwanyinaze, mugole 1
(wange) :
'Noze moli yange nebyakalosa byange ;
Ndide ebisenge byange ebyenjuki nomubisi gwange;

Nywede omwenge gwange namata gange.
Mulye, mwe abomukwano ;
Munywe, wewawo, mukute, mwe baganzi bange.

2 Nali nebase, naye omutima gwange nga gulaba :
Lye dobozi lya muganzi wange, akona (ngayogera nti)
Nzigulira, mwanyinaze, gwenjagala, ejiba lyange, owange ataliko bala :
Kubanga omutwe gwange gutobye omusulo,
Emivumbo gyenviri zange (gitobye) amatondo agekiro.
3 Nyambude ekizibawo kyange ; nakyambala ntya ?
'Nabye ebigere ; nabyonona ntya ?
4 Muganzi wange naingiza omukonogwe awali ekituli (ekyomulugi),
Omwoyo negununa kululwe.
5 Nengolokoka okugulirawo muganzi wange ;
Emikono gyange negitonya moli,
Nengalo zange (nga zitonya) moli ekulukuta,
Ku mikonda egyekisiba.
6 Nenzigulirawo muganzi wange ;
Naye muganzi wange yali nga yegendede, ngavudeyo.
Omwoyo gwange gubade guntyemuse bwayogede :
Ne'munonya, naye nesiinza kumulaba ;
Nemuita, naye natanziramu.
7 Abakumi abatambulatambula mu kibuga nebandaba,
Nebankuba nebanfumita ;
Abakumi ba bugwe nebanziyako omunagiro gwange.
8 Mbalaiza, mwe abawala ba Yerusalemi, bwemunalaba muganzi wange,
Mumubulirenga ngokwagala kugenda kunzita.

9 Muganziwo kye ki okusinga omuganzi (omulala),
Gwakira abakazi bona obulungi ?
Muganziwo kye ki okusinga omuganzi (omulala),

Nokulaiza notulaiza bwotyo?

Muganzi wange mutukuvu era mumyufu, 10
Atabula mu kakumi.
Omutwegwe guli nga zabu enungi enyo nyini, 11
Emivumbo gyenvirize gya masa'de era midugavu nga namungona.
Amasoge gali ngamaiba ku mabali gobuga obwa- 12
ma'zi;
Aganazibwa namata era agātekebwamu obulungi.
Amatanage gali ngomusiri ogwemido egyakalosa, 13
ngebifunvu ebimerako enva eziwunya obulungi:
Emimwagye giri ngamalanga, nga gitonya moli ekulukuta.
Emikonogye giri ngempeta eza zabu eziteke- 14
bwamu berulo:
Omubirigwe guli ngomulimu ogwamasanga ogubikidwako safiro.
Amaguluge gali ngempagi ezamainja amanyirivu 15
ezisimbibwa ku binya ebya zabu enungi:
Enfananaye eri nga Lebanoni, ewoma nyo nyini ngemivule.
Akamwake kalungi nyo nyini: wewawo, yena 16
wa kwagalwa.
Muganzi wange bwali bwatyo, era bwali bwatyo mukwano gwange,
Mwe abawala ba Yerusalemi.

6

Muganziwo agenze wa, 1
Gwakira abakazi bona obulungi?
Muganziwo yekyukide wa,
Tumunonyeze wamu nawe?

Muganzi wange aserengetede mu nimiroye, mu 2
misiri egyemido egyakalosa,

Okulīra mu nimiro, nokunoga amalanga
3 Nze ndi wa muganzi wange, ne muganzi wange wange :
Alisa (ekisibokye) mu malanga.

4 Oli mulungi, ai gwenjagala, nga Tiriza,
Owoma nga Yerusalemi,
Wa ntisa ngegye eririna ebendera.
5 Nziyako amasogo,
Kubanga gampangude.
Envirizo ziri ngegana lyembuzi,
Ezigalamira ku mbirizi zolusozi Gireada.
6 Amanyogo gali ngegana lyendiga enkazi,
Ezirinye okuva mu kunazibwa ;
Buli emu kuzo ngezade abana abalongo,
So tekuli kuzo efiridwa nemu.
7 Ekyenyikyo kiri ngekitundu kyekomamawanga
Enyuma wolugoye lwobise ku maso.
8 Waliwo bakabaka bakazi nkaga, nabazana kinana,
Nabawala abatamanyi musaja abatabalika.
9 Ejiba lyange, owange ataliko bala, ali omu yeka ;
Mwana wa nyina omu yeka ;
Mulonde womukazi amuzala.
Abawala bāmulaba nebamuita eyawebwa omukisa ;
Bakabaka bakazi nabazana (bāmulaba) nebamutendereza.

10 Ani oyo atunula ngemambya,
Omulungi ngomwezi,
Atangalija ngenjuba,
Owentisa ngegye eririna ebendera ?

11 Naserengetera mu nimiro eyemere erimu emiramwa,
Okulaba ebisimbe ebibisi ebyomukiwonvu,
Okulaba omuzabibu obanga gumulisi'za,
Nemikomamawanga obanga ganyi'za.

Nga sinamanya ememe yange nenteka
Mu magali gabantu bange abekikungu.

Komawo, komawo, gwe Omusulamu ; 13
Komawo, komawo, tukutunulire.

Kiki ekibagaza okutunulira Omusulamu,
Ngamazina ga Makanaimu ?

7

Ebigerebyo nga birungi mu ngato, gwe omwana 1
womulangira !
Enyingo zebisambibyo ziri ngebyobuyonjo,
Omulimu ogwemikono gyomukozi omukabakaba.
Ekundiryo ndeku nekulungirivu, 2
Omutabuze mwenge gwona ogutabulwa :
Olubutolwo ntumo ya ngano
Eyonjebwa namalanga.
Amaberego gombi gali ngabalongo ababiri 3
Abana bempeyo.
Ensingoyo eri ngekigo ekyamasanga ; 4
Amasogo (gali nga) ebidiba ebiri mu Keseboni,
awali omuzigo Ogwebasirabimu ;
Enyindoyo eri ngekigo ekyoku Lebanoni
Ekyolekera Damasiko.
Omutwegwo guli kugwe nga Kalameri, 5
Nenviri ezokumutwegwo ngolugoye olwefulungu ;
Kabaka emivumbo (gyazo) gimusiba.
Ngoli mulungi, ngowomerera, 6
Ai gwenjagala, olwokusanyusa !
Obuwanvubwo buno buli ngolukindu, 7
Namaberego ngebirimba (byezabibu).
Nayogera nti Nalinya mu lukindu olwo, 8
Nakwata amatabi galwo :
Amaberego gabe ngebirimba ebyokumuzabibu,
Nakawowo komukagwo ngamakyungwa ;

9 Nakamwako ngomwenge ogusinga obulungi,
Ogumirwa obulungi oyo gwenjagala, nga guseyeya,
Nga guita mu mimwa gyabo abebase.

10 Nze ndi wa muganzi wange,
Nokwegombakwe kuli eri nze.
11 Jangu, muganzi wange, tufulume mu nsiko ;
Tusule mu byalo.
12 Tugende mu nsuku zemizabibu mu makya ;
Tulabe omuzabibu obanga gumulisiza, nekimuli kyagwo obanga kyeyanjulu'za,
Nemikomamawanga obanga gyanyi'za :
Nākuwera eyo okwagala kwange.
13 Amadudaimu gawunya kalosa,
Ne ku nzigi zafe waliwo ebibala ebyomuwendo omungi ebyengeri zona, ebigya nebikade,
Byenkuterekede, ai muganzi wange.

8

1 SINGA obade nga muganda wange,
Eyayonka amabere ga mange !
Bwenandikulabye ebweru, nandikunywegede ;
Wewawo, so tewandibadewo eyandi'nyomye.
2 Nandikulese nenkuingiza mu nyumba ya mange,
Eyandinjigiriza ;
Nandikunyweseza omwenge ogutabudwamu ebyakalosa,
Ku ma'zi gekomamawanga lyange.
3 Omukonogwe ogwa -kono (gwandibade) wansi womutwe gwange,
Nomukonogwe ogwadyo gwandimpambatide.

4 Mbalaiza, mwe abawala ba Yerusalemi,
Muleme okugolokosa newakubade okuzukusa okwagala,
Okutusa wekunayagalira.

Mukazi ki ono aja ngalinya okuva mu lukola, 5
Nga yesigama ku muganziwe?

Nakuzukusa wansi womukyungwa :
Eyo nyoko gyeyalumirwa okukuzala,
Eyo gyeyalumirwa oyo eyakuzala.

Nteka ku mutimagwo ngakabonero, ku mukono- 6
gwo ngakabonero :
Kubanga okwagala kwenkana okufa amanyi ;
Obugya bwenkana amagombe obukambwe :
Okumyansa kwabwo kumyansa kwa muliro,
Okwokya kwe nyini okwa Mukama.
Ama'zi mangi tegainza kuzikiza kwagala, 7
So nebitaba tebiinza kuku'ta :
Omuntu bwakiriza okuwayo ebintu byona ebyo-
munyumbaye olwokwagala,
Yandinyomeredwa dala.

Tulina mwanyina wafe omuto, 8
Era tanaba na mabere :
Tulimukola tutya mwanyina wafe
Ku lunaku lwebalimwogererezako?
Obanga bugwe, 9
Tulimuzimbako ekigo kya feza,
Era obanga lugi,
Tulimubikako embawo ezemivule.

Ndi bugwe, namabere gange gali ngebigo (byako) : 10
Nendyoka mbera mu masoge ngomuntu alabye
emirembe.
Sulemani yalina olusuku lwemizabibu Ebaalika- 11
moni ;
Yasigira olusuku abalimi ;
Olwebibala byamu buli muntu yasalirwa (ebitu-
ndu) ebya feza lukumi.
Olusuku lwange olwemizabibu, olwange, luli mu 12
maso gange ;
Gwe, Sulemani, onobanga nolukumi olwo,

Nabo abakuma ebibala byamu bikumi bibiri.
13 Gwabera mu nimiro,
Bano bawuliriza edoboziryo :
Limpulize.

14 Yanguwa, muganzi wange,
Obere ngempeyo oba enangazi ento
Ku nsozi ezebyakalosa.

EKITABO

KYA

NABI ISAYA.

1

Okwolesebwa kwa Isaya omwana wa Amozi, 1
kweyalaba ku Yuda ne Yerusalemi, mu mirembe
gya Uziya, Yosamu, Akazi, ne Kezekiya, bakabaka
ba Yuda.

Wulira, gwe Egulu, era tega okutu, gwe Ensi, 2
kubanga Mukama ayogede: nayonsa nendera aba-
na, nebanjemera. Ente emanya nyiniyo, nendogoi 3
(emanya) ekisibo kya mukama wayo: (naye)
Isiraeri tamanyi, abantu bange tebalowoza. Wowe 4
egwanga eririna ebibi, abantu abazitoweredwa
nobutali butukirivu, ezade eryabakola obubi, aba-
na abonona: balese Mukama, banyomye Omutu-
kuvu wa Isiraeri, basenguse ba'ze enyuma. Eki- 5
bagaza ki okukubibwa nate, nokweyongera nemwe-
yongera okujema? omutwe gwona gulwade, nomu-
tima gwona guzirise. Okuva munda wekigere 6
okutuka ku mutwe temulimu bulamu; (wabula)
ebiwundu, nokuzimba, namabwa amavundu: tebi-
bunizibwanga so tebisibibwanga so tebitekebwa-
ngamu mafuta. Ensi yamwe ezise; ebibuga bya- 7
mwe byokedwa omuliro; ensi yamwe abamawanga
bagirira mu maso gamwe, era ezise, kubanga
abamawanga bagisude. Era omuwala wa Sayuni 8

asigade ngensisira eri mu lusuku lwemizabibu,
ngekikumirwamu ekiri mu nimiro yemiyungu,
9 ngekibuga ekizingizibwa. Mukama owegye singa
teyatulekerawo kitundu ekyafikawo ekitono enyo,
twandibade nga Sodoma, twandifananye nga Go-
mola.
10 Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe abafuga
Sodoma; mutege okutu eri amateka ga Katonda
11 wafe, mwe abantu Abegomola. Zigasa ki sadaka
zamwe enkumu zemunsalira, bwayogera Mukama:
nzikuse endiga enume enjokye eziwebwayo nama-
savu gensolo ensibe; so sisanyukira musai gwa
nte, newakubade ogwabana bendiga, newakubade
12 ogwembuzi emandwa. Bwemuja okulabika mu
maso gange, ani eyabasalira kino, okulinyirira
13 empya zange? Temuletanga nate bitone ebitali-
mu; obubane bwa muzizo gyendi; emyezi egibo-
nese ne sabiti, okuita amakung'aniro,—sisobola
14 butali butukirivu na kukung'ana kwa dini. Emye-
zi gyamwe egibonese nembaga zamwe eziragidwa
obulamu bwange bubikyawa: kwe kutegana gye-
15 ndi; nkoye okubigumikiriza. Era bwemunaya-
njalanga engalo zamwe, nabakwekanga amaso
gange: wewawo, bwemunasabanga ebigambo ebi-
ngi, siwulirenga: emikono gyamwe gijude omusai.
16 Munabe, mwerongose; mugyewo obubi bwebi-
kolwa byamwe bive mu maso gange; muleke
17 okukola obubi: muige okukola obulungi; mu-
gobererenga ebyensonga; mudukirirenga ajogebwa,
musalenga omusango gwatalina kitawe, muwo-
lerezenga munamwandu.
18 Muje no, tutese fembi, bwayogera Mukama:
ebibi byamwe newebiba ngolugoye olumyufu, bi-
naba byeru ngomuzira; newebitwākāla ngebe-
19 ndera, binaba ngebyoya byendiga. Bwemunagonda
20 nemuwulira, munalya ebiruugi ebyensi: naye
bwemunagana nemujema, munalibwa nekitala:
kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogede.

Ekibuga ekyesigwa nga kifuse omwenzi! oyo 21
eyajulanga emisango egyensonga! obutukirivu
bwatulanga muye, naye kakano ba'si. Efezayo 22
efuse masengere, omwengegwo gutabudwamu ama-
'zi. Abalangirabo bajemu, mikwano gya ba'bi; 23
buli muntu yegomba enguzi, era agoberera empera:
tebasala musango gwatalina kitawe, so nensonga
ya munamwandu tetuka gyebali.

Kyava ayogera Mukama, Mukama owegye, 24
Owamanyi owa Isiraeri, nti A, ndyegyako abalabe
bange, era ndiwalana egwanga kwabo abankyawa:
era ndikutekako omukono gwange, nenongoseza 25
dala amasengerego gona, nenziyawo esasiryo lyona:
era ndikomyawo abalamuzibo ngoluberyeberye, 26
nabatesa ebigambobyo nga mu kusoka: oluvanyu-
ma oliitibwa nti Ekibuga ekyobutukirivu, ekibuga
ekyesigwa. Sayuni alinunulibwa nomusango, na- 27
bakyufube nobutukirivu. Naye okuzikirira kwa- 28
bononyi nabalina ebibi kulibera wamu, nabo aba-
leka Mukama balimalibwawo. Kubanga ensonyi 29
ziribakwata olwemivule gyemwegomba, era muli-
swazibwa olwensuku zemweroboza. Kubanga mu- 30
liba ngomuvule oguwotoka amalagala, era ngolu-
suku omutali ma'zi. Era owamanyi aliba nge- 31
nfuzi, nomulimugwe ngolusasi olwomuliro; era
byombi birigyira wamu, so tewaliba abizikiza.

2

Ekigambo Isaya omwana wa Amozi kyeyalaba 1
ku Yuda ne Yerusalemi.

Awo olulituka mu naku ezoluvanyuma, olusozi 2
olwenyumba ya Mukama lulinyuwezebwa ku nti-
ko yensozi, era luligulumizibwa okukira ensozi;
era amawanga gona galikulukutira kulwo. Era 3
amawanga mangi agalyambuka negogera nti Muje,
twambuke eri olusozi lwa Mukama, eri enyumba
ya Katonda wa Yakobo; era alituigiriza ku ma-
kuboge, nafe tulitambulira mu mpendaze: kuba-

nga mu Sayuni mwe mulifuluma amateka, neki-
4 gambo kya Mukama mu Yerusalemi. Era alira-
mula mu mawanga, era alinenya abantu bangi:
era baliwesa ebitala byabwe okubifula enkumbi,
namafumu gabwe okugafula ebiwabyo: egwanga
teririimusa kitala eri egwanga linalyo, so tebaliiga
kulwana nate.
5 Mwe enyumba ya Yakobo, muje tutambulire
6 mu musana gwa Mukama. Kubanga waleka
abantubo enyumba ya Yakobo, kubanga bajude
(empisa) ezava ebuvanjuba, era balaguzi nga Aba-
firisiti, era bakubagana mu ngalo nabana babama-
7 wanga. Era ensi yabwe ejude efeza nezabu, so
nobugaga bwabwe tebuliko gyebukoma; era ensi
yabwe ejude embalasi, so namagali gabwe tegaliko
8 gyegakoma. Era ensi yabwe ejude ebifananyi;
basinza omulimu gwemikono gyabwe bo, engalo
9 zabwe bo gwezakola. Omukopi navunama, nomu-
10 kulu yetowaza: kyova olema okubasonyiwa. Ingi-
ra mu lwazi, wekweke mu nfufu, mu maso gentisa
ya Mukama, ne mu maso gekitibwa kyobukulu-
11 bwe. Okulalambala kwabantu kuliwanulibwa,
namalala gabantu galikutamizibwa, era Mukama
12 yeka yaligulumizibwa ku lunaku olwo. Kubanga
walibawo olunaku lwa Mukama owegye eri ebyo
byona ebyekuza ebirina amalala, neri byona ebi-
13 gulumizibwa; era biriwanulibwa: neri enfugo
zona eza Lebanoni, empanvu ezigulumizibwa, neri
14 emivule gyona egya Basani; neri ensozi zona
empanvu, neri obusozi bwona obugulumizibwa;
15 neri buli kigo ekiwanvu, neri buli bugwe aliko
16 ekomera; neri amato gona Agetalasisi, neri ebi-
17 fananyi byona ebyokwesima. Era okugulumizi-
bwa kwabantu kulikutamizibwa, namalala gabantu
galiwanulibwa; era Mukama yeka yaligulumizi-
18 bwa ku lunaku olwo. Nebifananyi birigwerawo
19 dala. Era abantu baligenda mu mpuku ezamainja,
ne mu binya ebyetaka, okuva mu maso gentisa ya

Mukama, ne mu maso gekitibwa kyobukulubwe, bwagolokokanga okukankanya ensi namanyi. Ku 20
lunaku olwo omuntu alisulira dala ebifananyibye ebyefeza nebifananyibye ebyezabu, byebamukolera okusinza, eri emese neri ebinyira; bagende mu 21
mpuku ezamainja, ne mu nkonko ezamainja amatifu, okuva mu maso gentisa ya Mukama, ne mu maso gekitibwa kyobukulubwe, bwagolokokanga okukankanya ensi namanyi. Muleke abantu, 22
omuka gwabwe guli mu nyindo zabwe: kubanga ekinaba kibalowozesa kiki?

3

Kubanga, laba, Mukama, Mukama owegye agya 1
ku Yerusalemi ne ku Yuda ekyesigibwa nekiimibwako, ekyesigibwa kyona ekyemere, nekyesigibwa kyona ekyama'zi; omusaja owamanyi, nomu- 2
saja omuzira; omulamuzi, ne na'bi, nomulaguzi, nomukade; omukulu owamakumi atano nowekitibwa nomutesa webigambo ne fundi owamagezi 3
nomufumu owobukabakaba. Era ndireta abana 4
okuba abalangira babwe, era abana abawere balibafuga. Era abantu balijogebwa, buli muntu 5
mune, na buli muntu muliranwawe: omuto aligirira ekyejo omukade, nomukopi aligirira ekyejo owekitibwa. Omuntu bwalikwata mugandawe 6
mu nyumba ya kitawe, (ngayogera) nti Gwolina ebyokwambala, bera mufuzi wafe gwe, nokubula kuno kubere wansi womukonogwo: ku lunaku 7
olwo aliimusa edobozirye, (ngayogera) nti Sija kuba muwonya; kubanga mu nyumba yange temuli mere newakubade ebyokwambala: temuja kunfula mufuzi wa bantu. Kubanga Yerusalemi 8
kizikiride, ne Yuda agude: kubanga olulimi lwabwe nebikolwa byabwe biwakanya Mukama, okusunguwaza amaso agekitibwakye. Ekifananyi 9
kyobwenyi bwabwe kitegeza nga gubasinze; era

babulira ekibi kyabwe nga Sodoma, tebakikisa.
Zisanze obulamu bwabwe! kubanga besasulide
10 boka obubi. Mwogere ku mutukirivu nti (aliba)
bulungi: kubanga balirya ebibala byebikolwa
11 byabwe. Zisanze omubi! (aliba) bubi: kubanga
12 aliwebwa empera yengaloze. Abantu bange abana
abato be babajoga, era abakazi be babafuga.
Wowe abantu bange, ababakulembera babakyamya,
era bazikiriza ekubo lyamwe eritambulirwamu.
13 Mukama aimirira okuwoza, era aimirira okusala
14 omusango gwamawanga. Mukama alisala omu-
sango gwabakade babantube nabalangira babwe:
Mwe mwalira dala olusuku lwemizabibu; omu-
15 nyago gwomwavu guli mu nyumba zamwe: mubade
ki okubetenta abantu bange, nokusa amaso ga-
bavu? bwayogera Mukama, Mukama owegye.
16 Era nate Mukama yayogera nti Kubanga aba-
wala ba Sayuni balina amalala, era batambula nga
balalambaza ensingo era nga balina amaso agobu-
kaba, nga batambula era nga bakumba bweba-
17 genda, era nga bavuza ebigere byabwe: Mukama
kyaliva alwaza ebikakampa obwezinge bwomutwe
gwabawala ba Sayuni, Mukama nabikula ku nsonyi
18 zabwe. Ku lunaku olwo Mukama alibagyako obu-
yonjo bwamasamba gabwe, nenkundulu zabwe,
19 nebifanana ngemyezi; nemijugo, nemisa'ga, nengo-
20 ye ezokumaso; ebiremba, nobudangadi, nenebagyo,
21 nobucupa obwakalosa, nensiriba; empeta nempe-
22 ta ezomunyindo; engoye ezamabala, neminagiro,
23 nesuka, nensawo; endabirwamu, ne bafuta, nebire-
24 mba, nezibika ku mitwe. Awo olulituka awāli
ebyakalosa walibawo ekivundu; nawāli olwebagyo
mugwa; nawāli enviri ensunsule obulungi kiwa-
lata; nawāli ekizibawo kwesiba kibukutu: awāli
25 obuyonjo kwokebwa. Abasajabo ekitala kiriba'ta,
nabazirabo (balifira) mu ntalo. Nenzigize zirikaba
ziriwubala; era ye aliba munaku, alitula ku taka.

Era abakazi musanvu balyekwata ku musaja omu 4
ku lunaku luli, nga bogera nti Tunalyanga emere
yafe fe, era tunayambalanga ebyambalo byafe
fe: kyoka tutumibwe erinyalyo; otugyeko eki-
vume kyafe.

Ku lunaku luli etabi lya Mukama liriba dungi 2
era lya kitibwa, nebibala byensi biribawomera nyo
abo abawonye ku Isiraeri, biriba birungi. Awo 3
olulituka, oyo asigade mu Sayuni noyo abera mu
Yerusalemi, aliitibwa mutukuvu, ye buli muntu
awandikibwa mu balamu mu Yerusalemi: Mu- 4
kama bwaliba nganali'za dala empitambi yaba-
wala ba Sayuni, era ngamazemu omusai gwa Yeru-
salemi wakati mukyo, olwomwoyo ogwomusango,
era olwomwoyo ogwokwokya. Era Mukama ali- 5
tondera ku buli nyumba eyolusozi Sayuni ekire
nomuka emisana, nokumasamasa kwomuliro ogwa-
ka ekiro: kubanga wagulu ku kitibwa kyona ku-
libako ekiritimbibwako. Era walibawo ewema 6
okuba ekisikirize emisana eri olubugumu, nokuba
ekidukiro era omwekwekebwa eri kibuyaga ne-
nkuba.

5

Nyimbire muganzi wange oluimba olwomwaga- 1
lwa wange ebigambo byolusukulwe olwemizabibu.
Muganzi wange yalina olusuku olwemizabibu ku
lusozi olugimu enyo: nalusimira olusalosalo, na- 2
lusigulamu amainja gamu, nalusimbamu omuza-
bibu omulungi enyo nyini, naluzimbamu wakati
ekigo, era nalusimamu esogolero: nasubira lubale
zabibu, nerubala zabibu ezomunsiko. Kale 'no, 3
mwe abatula mu Yerusalemi namwe abasaja ba
Yuda, mutusalire omusango, mbegairide, nze no-
lusuku lwange olwemizabibu. Nandiinziza ku- 4
kola ki nate olusuku lwange olwemizabibu kyena-
lema okulukola? Bwenasubira lubale zabibu,
ekyalubaza zabibu ezomunsiko kiki? Kale 'no 5

kakano kambategeze kyenakola olusuku lwange olwemizabibu: nagyako olukomera lwalwo, era lulirirwa dala; namenyera dala ekisakate kyalwo,
6 era lulirinyiririrwa dala: era naluzisa; tebalirusalira so tebalirulima; naye mulimeramu emyeramanyo namagwa: era ndiragira ebire obutalu-
7 tonyesangako nkuba. Kubanga olusuku olwemizabibu olwa Mukama owegye ye nyumba ya Isiraeri, nabasaja ba Yuda kye kisimbekye ekimusanyusa: nasubira omusango, naye, laba, kujoga; obutukirivu, naye, laba, kukaba.
8 Zibasanze abo abagata enyumba nenyumba ginayo, abongera enimiro ku nimiro ginayo, okutusa ebanga lwerigwawo, namwe nokutula nemutula
9 mweka wakati munsi! Mu matu gange (ayogera) Mukama owegye nti Mazima enyumba nyingi ziriba bifulukwa, enene era enungi, nga tewali
10 azitulamu. Kubanga ensuku ezemizabibu kumi zirivamu ekibo kimu, nogusera ogwensigo gulivamu ekibo kimu kyoka.
11 Zibasanze abo abakera enkya mu makya okugolokoka, bagoberere ekitamiza; abalwawo ekiro
12 okutusa etumbi omwenge negubalalusa! Era enanga nentongoli, ebitāsa nendere, nomwenge biri mu mbaga zabwe: naye tebalowoza mulimu gwa Mukama, so tebanasa ku mwoyo okukola kwenga-
13 loze. Abantu bange kyebavude bagenda mu bunyage, olwokubulwa okumanya: nabasaja babwe abekitibwa balumidwa enjala, nekibina kyabwe
14 enyonta eba'se. Amagombe kyegavude gagaziya okwegomba kwago, era gīsami'za akamwa kago ekitayasamizika: nekitibwa kyabwe nobungi bwabwe noluyogano lwabwe noyo asanyuka mubo
15 bi'ka (omwo). Era omukopi akutamizibwa, nomukulu atowazibwa, namaso gabamalala gatowa-
16 zibwa: naye Mukama owegye agulumizibwa olwomusango, era Katonda Omutukuvu atukuzibwa

olwobutukirivu. Abana bendiga neziryoka zirya 17
nga mu dundiro lyazo, era ebifo ebyazika ebyaba-
ge'vu abatambuze balibirya.

Zibasanze abo abawalula obutali butukirivu na- 18
kagwa akobulimba, (abawalula) ekibi nga nomu-
gwa ogwegali : abogera nti Ayanguyeko, asambye- 19
ko omulimugwe tugulabe : nokutesa Kwomutu-
kuvu wa Isiraeri kusembere kutuke tukumanye !

Zibasanze abo abaita ekibi ekirungi, nekirungi 20
ekibi ; abateka ekizikiza mu kifo kyomusana, no-
musana mu kifo kyekizikiza ; abateka okukawa
mu kifo kyokuwomerera, nokuwomerera mu kifo
kyokukawa !

Zibasanze abo abalina amagezi mu maso gabwe 21
bo, era abakababakaba mu kulaba kwabwe bo !

Zibasanze abo abalina amanyi okunywa omwe- 22
nge, era abazira okutabula ekitamiza : abateka 23
obutukirivu ku babi olwenguzi, era abagya ku
mutukirivu obutukirivubwe ! Kale ngolulimi 24
lwomuliro bwerwokya ensambu, era ngesubi eka-
lu bweri'ka mu muliro, bwekityo ekikolo kyabwe
kiriba ngekivundu, nekimuli kyabwe kirifumuka
ngenfufu : kubanga bāgana amateka ga Mukama
owegye, era bānyoma ekigambo Ekyomutukuvu
wa Isiraeri.

Obusungu bwa Mukama kyebuvude bwaka ku 25
bantube, era agolode omukonogwe okubalumba,
era aba'se, ensozi nezikankana, nemirambo gyabwe
negiba ngebisasiro wakati mu ngudo. Ebyo byona
bimaze okubawo naye obusungubwe tebunaba
kugyibwawo, naye omukonogwe gukyagolodwa.
Era aliimusiza amawanga ebendera ngaima wala, 26
alibakowola ngaima ku nkomerero yensi : era,
laba, balyanguwa mangu okuja : tewaliba mubo 27
alikowa newakubade alyesi'tala ; tewaliba ali-
bongota newakubade alyebaka ; so nolukoba lwe-
besiba terulisumulukuka, so nolukoba lwengato
zabwe terulikutuka : obusale bwabwe bwa bwogi, 28

nemitego gyabwe gyona mirēge ; ebinulo byembalasi zabwe biribalibwa ngamainja agembalebale,
29 ne banamuziga babwe nga kibuyaga : okulira kwabwe kuliba ngempologoma, balirira ngempologoma ento : wewawo, balirira, balikwata omui'go gwabwe, nebagitwalira dala mirembe, so tewali-
30 bawo aliwonya. Era baliwuma kubo ku lunaku luli ngenyanja bwewuma : era omuntu bwatunulira olukalu, laba, ekizikiza nenaku, nomusana guzikizibwa mu bire byalwo.

6

1 Mu mwaka kabaka Uziya mweyafira nalaba Mukama ngatude ku ntebe, empanvu eyagulu-
2 mizibwa, nekirengekye nga kijula yekalu. Baserafi bāli baimiride waguluwe : buli omu yalina ebiwawatiro mukaga ; ebibiri yabibi'ka ku masoge, nebibiri yabibi'ka ku bigerekye, nebibiri yabibusa.
3 Omu nayogerera wagulu eri mune nayogera nti Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama owe-
4 gye : ensi yona ejude ekitibwakye. Nemisingi gyemiryango neginyenyezebwa olwedobozi lyoyo eyayogerera wagulu, enyumba nejula omu-
5 ka. Nendyoka njogera nti Zinsanze ! kubanga nfude ; kubanga ndi muntu wa mimwa egitali mirongofu, era ntula wakati mu bantu abemimwa egitali mirongofu : kubanga amaso gange galabye
6 Kabaka, Mukama owegye. Omu ku baserafi nalyoka abuka naja gyendi, ngalina eryanda eryaka mu ngaloze, lyeyali agye ku kyoto ne
7 namagalo : nalikomya ku kamwa kange, nayogera nti Laba, lino liķomye ku mimwagyo ; era obutali butukirivubwo bugyidwawo, nekibikyo
8 kirongosebwa. Nempulira edobozi lya Mukama, nga lyogera nti Natuma ani, era anatugendera ani ? Nendyoka njogera nti Nze nzuno : ntuma
9 nze. Nayogera nti Genda obulire abantu bano nti Okuwulira muwulire, naye temutegera ; noku-

laba mulabe, naye temwetegereza. Savuwaza 10
omutima gwabantu bano, era gala amatu gabwe,
era ziba amaso gabwe; baleme okulaba namaso
gabwe, nokuwulira namatu gabwe, nokutegera
nomutima gwabwe, nokukyuka, okuwonyezebwa.
Nendyoka njogera nti Mukama wange, biritusa 11
wa (okubawo)? Nadamu nti Okutusa ebibuga
lwebirizika nga tewali abitulamu, ne mu nyumba
nga temuli muntu, ensi nezikira dala, era Mukama 12
ngajulude abantu ngabatute wala, nebifulukwa
nga bingi wakati munsi. Era ekitundu ekyekumi 13
bwekiriba nga kikyasigade omwo, kiririrwa dala
nate: ngomumyuliru era ngomuvule ekikolo
kyagyo nga kisigade, bwegitemebwawo; bwekityo
ensigo entukuvu kye kikolo kyayo.

7

Awo olwatuka ku mirembe gya Akazi omwana 1
wa Yosamu, omwana wa Uziya, kabaka wa Yuda,
Lezini kabaka Webusuli, ne Peka omwana wa
Lemaliya, kabaka wa Isiraeri, nebayambuka
Eyerusalemi okukirwanyisa; naye nebakiremwa.
Nebabulira enyumba ya Daudi nga bogera nti 2
Obusuli butabaganye ne Eferaimu. Omutimagwe
negunyenyezebwa, nomutima gwabantube, ngemiti
egyomukibira bweginyenyezebwa nempewo.
Mukama nalyoka agamba Isaya nti Fuluma 3
kakano omusisinkane Akazi, gwe ne Sealiyasubu
omwanawo, olusalosalo olwekidiba ekyengulu
werukoma, mu lugudo olwenimiro yomwozi wen-
goye; omugambe nti Wekume oberewo bubezi; 4
totya, so nomutimagwo teguzirikanga olwemimuli
gino gyombi eginyoka egigwerede, olwobusungu
obukambwe obwa Lezini Nobusuli, nobwomwana
wa Lemaliya. Kubanga Obusuli butese'za obubi 5
kugwe, ne Eferaimu, nomwana wa Lemaliya, nga
bogera nti Twambuke tulumbe Yerusalemi, tuki- 6
teganye, twewagulire omwo ekituli, tusewo kaba-

7 ka wakati mukyo, omwana wa Tabeeri: bwatyo
bwayogera Mukama Katonda nti Tekirinyuwera
8 so tekiritukirira. Kubanga omutwe Gwobusuli
ye Damasiko, nomutwe Gwedamasiko ye Lezini:
era emyaka enkaga netano nga teginagwawo
Eferaimu alimenyekamenyeka obutaba gwanga:
9 nomutwe gwa Eferaimu ye Samaliya, nomutwe
Gwesamaliya ye mwana wa Lemaliya. Bwemu-
ligana okukiriza, mazima temulinyuwezebwa.
10, 11 Awo Mukama nagamba nate Akazi nti Wesabire
Mukama Katondawo akaboner o; kasabe oba mu
12 buziba oba mu banga wagulu. Naye Akazi nayo-
13 gera nti Sisabe so sikeme Mukama. Nayogera
nti Muwulire kakano, mwe enyumba ya Daudi;
kigambo kitono gyemuli mwe okukoya abantu
nokwagala nemwagala okukoya ne Katonda wange
14 era? Mukama ye nyini kyaliva abawa akaboner-
ro; laba, omuwala atamanyi musaja aliba lubuto,
alizala omwana wa bulenzi, era alituma erinyalye
15 Imanueri. Omuzigo nomubisi gwenjuki alibirya,
bwamanya okugana ebibi, nokweroboza ebirungi.
16 Kubanga omwana nga tanamanya kugana bibi
nokweroboza ebirungi, ensi gyokyawamu bakabaka
17 bayo bombi erirekebwa. Mukama alikuletako ne
ku bantubo, ne ku nyumba ya kitawo, enaku
ezitajanga, okuva ku lunaku Eferaimu lweyavi-
ramu mu Yuda; kabaka Webwasuli.
18 Awo olulituka ku lunaku luli Mukama ali-
kowola ensowera eri mu bifo ebyewala ebyemiga
19 Egyemisiri, nenjuki eri munsi Yebwasuli. Era
birija, era biriwumulira byona mu biwonvu eby-
zika, ne mu binya ebyomumainja, ne ku magwa
gona, ne ku malundiro gona.
20 Ku lunaku luli Mukama alimwesa akamwano
akagule (akali) mu bifo ebyemitala Womuga, ye
kabaka Webwasuli, omutwe nobwoya obwoku-
bigere: era kalimalawo nekirevu.
21 Awo olulituka ku lunaku luli omusaja alirisa

ente eyonsa ento nendiga biri; awo olulituka 22
olwamata amangi gezirigabiza analyanga omuzigo:
kubanga buli muntu analyanga omuzigo nomubisi
gwenjuki aliba asigade wakati munsi.
Awo olulituka ku lunaku luli, buli kifo awā- 23
banga emizabibu olukumi, buli gumu gwa sekeri
lukumi, kiriba kya myeramanyo namagwa. Bali- 24
jayo nga balina obusale nomutego; kubanga ensi
yona eriba myeramanyo namagwa. Nensozi zona 25
zebalimanga nenkumbi, tolitukayo olwokutya
emyeramanyo namagwa, naye waliba wa kusindi-
kayo nte, nokulinyirirwa endiga.

8

Mukama nang'amba nti Wetwalire ekipande 1
ekinene, okiwandikeko nekalamu eyomuntu nti
Kya Makera-salali-kasi-bazi; nange ndyetwalira 2
abajulirwa abesigwa okuwandika, Uliya kabona,
ne Zekaliya omwana wa Yeberekiya. Neng'enda 3
eri nabi omukazi; naba lubuto, nazala omwana
wa bulenzi. Mukama nalyoka ang'amba nti Mu-
tume erinya Makera-salali-kasi-bazi. Kubanga 4
omwana nga tanamanya kukaba nti Kitange, era
nti Mange, obugaga Obwedamasiko nomunyago
Ogwesamaliya birinyagibwa mu maso ga kabaka
Webwasuli. Mukama nayogera nange nate omu- 5
lundi omulala nti Kubanga abantu bano baganyi 6
ama'zi ga Siroa agatambula empola, nebasanyukira
Lezini nomwana wa Lemaliya; kale no, laba, 7
Mukama ayambusa kubo ama'zi Agomuga, aga-
manyi era amangi, kabaka Webwasuli nekitibwa-
kye kyona: era alyambuka okusu'kirira ensalosa-
loze zona, era aliyika ku talerye lyona: era alye- 8
yongera nakulukuta okutuka mu Yuda; alyanjala
aliitamu; alikoma ne mu bulago; nokugololwa
kwebiwawatirobye kulijuza ensiyo, gwe Imanueri,
nga bweyenkana obugazi.
Muyogane, mwe amawanga, mulimenyekame- 9

nyeka ; era mutege amatu, mwe mwena abomunsi
ezewala : mwesibe, mulimenyekamenyeka ; mwe-
10 sibe, mulimenyekamenyeka. Mutese ebigambo
wamu, birizikirizibwa ; mwogere ekigambo, teki-
11 riimirira : kubanga Katonda ali wamu nafe. Ku-
banga Mukama yayogera nange bwatyo nomukono
ogwamanyi, nanjigiriza neme okutambulira mu
12 kubo lyabantu bano, ngayogera nti Temwogera nti
Okwekoba, mu byona egwanga lino byeriryogerako
nti Okwekoba ; so temutya kutya kwabwe, so te-
13 mutekemuka. Mukama owegye oyo gwemuba
mutukuza ; era oyo aberenga entisa yamwe, era
14 oyo abere ekitibwa kyamwe. Era aliba ngawa-
tukuvu ; naye aliba ngejinja eryokwesitalwako era
olwazi olugwisa eri enyumba zombi eza Isiraeri,
okuba omutego era ekyambika eri abo abatula mu
15 Yerusalemi. Era bangi abaliryesitalako, nebagwa,
nebamenyeka, nebategebwa, nebakwasibwa.
16 Sibira dala kutegeza, ose akabonero ku mateka
17 mu baigirizwa bange. Era ndirindirira Mukama,
akweka amasoge enyumba ya Yakobo, ne'munonya.
18 Laba, nze nabana Mukama bampade bya kuba bu-
bonero era bya kuba byewunyo mu Isiraeri ebiva
eri Mukama owegye, atula ku lusozi Sayuni.
19 Era bwebabagambanga nti Mubuze abo abaliko
emizimu nabafumu, abalira (ngenyonyi) era abajo-
boja : egwanga tekirigwanira kubuza Katonda wa-
bwe ? Ebigambo byabalamu (bandibuzi'za) abafu ?
20 Tude eri amateka nobujulizi ! obanga tebogera
ngekigambo ekyo bwekiri, mazima obude tebu-
21 genda kubakerera. Era baliita (munsi), nga bera-
likirira nyo nga balumwa enjala : awo olunatu-
kanga bwebanalumwanga enjala, bananyiganga
nebakolima nga balaira kabaka wabwe ne Ka
tonda wabwe, nebatunuza amaso gabwe wagulu:
22 era banatunuliranga ensi, era, laba, naku nekizi-
kiza, ekizikiza ekyokubonyabonyezebwa ; era bali-

goberwa mu kizikiza ekikute. Naye tewaliba 9
kizikiza eri oyo eyali abonyabonyezebwa. Eda
yanyomya ensi ya Zebuluni nensi ya Nafutali,
naye mu kisera ekyoluvanyuma agifude ya ki-
tibwa, awali ekubo eryenyanja, emitala wa Yoli-
dani, Galiraya eyamawanga. Abantu abatambu- 2
liranga mu kizikiza balabye omusana mungi : abo
abatulanga munsi yekisikirize kyokufa, omusana
gubakide bo. Oyazi'za egwanga, oyongede ku 3
sanyu lyabwe : basanyukira mu masogo ngesanyu
bweriri eryomumakungula, abasaja nga bwebasa-
nyuka nga bagereka omunyago. Kubanga ekiko- 4
ligo ekyamuzitowerera, nomugo ogwokukibegabe-
gakye, lwe luga olwomujoziwe, obimenye nga ku
lunaku lwa Midiani. Kubanga ebyokulwanyisa 5
byona ebyoyo alina ebyokulwanyisa mu luyogano,
nebyambalo ebikulukunyizibwa mu musai, biriba
bya kwokebwa bwokebwa, okuba enku ezomuliro.
Kubanga omwana atuzalidwa fe, omwana owobu- 6
lenzi aweredwa fe ; nokufuga kunabanga ku kibe-
gabegakye : nerinyalye liriitibwa nti Wa kitalo,
Atesa ebigambo, Katonda owamanyi, Kitafe ata-
gwawo, Omukulu wemirembe. Okufugakwe ne- 7
mirembe tebirikoma kweyongera, ku ntebe ya
Daudi, ne ku bwakabakabwe, okubunyuweza, no-
kubuwanirira nomusango nobutukirivu okuva lero
nemirembe nemirembe. Obunyikivu bwa Muka-
ma owegye bulitukiriza ekyo.

Mukama yawereza Yakobo ekigambo, nekigwa 8
ku Isiraeri. Era abantu bona balimanya, Efera- 9
imu nabatula mu Samaliya, abogera namalala no-
bukakanyavu bwomutima nti Amatofali gagude, 10
naye tulizimbya amainja amateme : enkoma zite-
medwawo, naye tulizifula ensambya. Mukama 11
kyaliva agulumiza okumulumba abalabe ba Lezini,
era alisakiriza abalabebe ; Abasuli mu maso, Na- 12
bafirisiti ku mabega ; era balirya Isiraeri nakamwa
akayasamye. Ebyo byona bimaze okubawo naye

obusungubwe tebunakyusibwa okubavako, naye omukonogwe gukyagolodwa.
13 Naye abantu tebakyukiranga oyo eyabakuba, so
14 tebanonyanga Mukama wa gye. Mukama kyaliva asalako ku Isiraeri omutwe nomukira, olukindo
15 nekitogo, ku lunaku lumu. Omusaja omukade era owekitibwe gwe mutwe; ne nabi aigiriza ebyo-
16 bulimba gwe mukira. Kubanga abakulembera abantu bano babakyamya; nabo bebakulembera
17 bazikirizibwa. Mukama kyaliva alema okusanyukira abavubuka babwe, so talisasira (bana) babwe abafiridwa bakitabwe ne banamwandu babwe: kubanga buli muntu avola era akola ebibi, na buli kamwa kogera ebyobusiru. Ebyo byona bimaze okubawo naye obusungubwe tebunakyusibwa okubavako, naye omukonogwe gukyagolodwa.
18 Kubanga obubi bwokya ngomuliro; gumalawo emyeramanyo namagwa: wewawo, gukolēra mu bisaka ebyomukibira, ebire ebyomuka ebikute
19 nebinyoka nebirinya wagulu. Olwobusungu bwa Mukama owegye ensi eyiride dala: era nabantu bali ngenku ezomuliro; tewali asonyiwa muganda-
20 we. Era omu alisika ku mukono ogwadyo, nalumwa enjala; era alirya ku mukono ogwa kono, so tebali'kuta: balirya buli muntu enyama eyomu-
21 konogwe ye: Manase Eferaimu; ne Eferaimu Manase: era bombi wamu balikyawa Yuda. Ebyo byona bimaze okubawo naye obusungubwe tebunakyusibwa okubavako, naye omukonogwe gukyagolodwa.

10

1 Zibasanze abo abateka amateka agatali ga butukirivu, nabawandisi abawandika obukyamu:
2 okugoba abanaku baleme okusalirwa omusango, nokubanyagako ebyabwe abavu abomubantu bange, banamwandu babere munyago gwabwe, era abafiridwa bakitabwe babafule omui'go gwabwe!

Era mulikola mutya ku lunaku olwokujirwa, ne 3
mu kuzikirizibwa okuliva ewala? mulidukira eri
ani okuberwa? era mulireka wa ekitibwa kyamwe?
Balikutama bukutami wansi wabasibe, era baligwa 4
wansi waba'tidwa. Ebyo byona bimaze okubawo
naye obusungubwe tebunakyusibwa okubavako,
naye omukonogwe gukyagolodwa.

Gwe Omwasuli, oluga olwobusungu bwange, 5
omugo oguli mu ngalozo kye kiruwi kyange!
Ndimutuma okulumba egwanga erivola, era ndi- 6
mulagira ku bantu abaliko obusungu bwange, oku-
nyaga omunyago, nokunyaga omui'go, nokubali-
nyirira wansi ngebitosi ebyomungudo. Naye 7
tagenderera kukola bwatyo, so nomutimagwe te-
gulowoza bwegutyo; naye kiri mu mutimagwe
okuzikiriza, nokumalawo amawanga si matono.
Kubanga ayogera nti Abakulu bange bona si baka- 8
baka? Kalino tekifanana Kalikemisi? Kamasi 9
tekifanana Alipada? Samaliya tekifanana Dama-
siko? Ngomukono gwange bwegwatuka kunsi za 10
bakabaka ezesanamu, ezalina ebifananyi ebibaje
ebyasinga ebyo ebiri mu Yerusalemi ne mu Sama-
liya; nga bwenakola Samaliya nesanamu zakyo, 11
sirikola bwentyo Yerusalemi nesanamu zakyo?

Kyekiriva kituka, Mukama bwaliba ngamalide 12
dala omulimugwe gwona ku lusozi Sayuni ne ku
Yerusalemi, nendyoka mbonereza ebibala byomu-
tima omukakanyavu ogwa kabaka Webwasuli, na-
malala gamasoge amagulumivu. Kubanga yayo- 13
gera nti Olwamanyi gomukono gwange nakikola,
nolwamagezi gange; kubanga ndi mukabakaba:
era najulula ensalo ezamawanga, ne'nyaga obugaga
bwabwe, nentowaza ngomuzira abo abatūla (ku
ntebe): era omukono gwange guvumbude obugaga 14
obwamawanga ngekisu; era ngomuntu bwakung'a-
nya amagi agalekebwa, bwentyo bwenakung'anya
ensi zona: so tewāli eyayanjuluza ekiwawatiro,
newakubade eyayasamya akamwa, newakubade

15 eyakaba. Emba'zi eryenyumiriza eri oyo agitemya? omusomeno gulyekuza eri oyo agunyenya? kwenkana oluga nga lunyenye'za abo abalulonda, oba omugo nga gusitude atali muti.

16 Mukama, Mukama owegye, kyaliva awereza obuko'vu mu basajabe abamasavu; era wansi wekitibwakye walikolēra okwokya ngokwokya kwomu-
17 liro. Nomusana gwa Isiraeri guliba mu kifo kyomuliro, Nomutukuvuwe aliba mu kifo kyokwaka: awo gulyokya gulimalawo amagwage ne-
18 myeramanyogye ku lunaku lumu. Era alimalawo ekitibwa kyekibirakye, nekyenimiroye eng'imu, obulamu era nomubiri: awo kiriba ngomukwasi
19 webendera bwazirika. Nemiti egyomukibirakye egirisigalawo giriba mitono, omwana omuto nokui-
20 nza nainza okugiwandika. Awo olulituka ku lunaku luli, abaliba nga bafi'sewo ku Isiraeri, nabo abaliba nga bawonye ku nyumba ya Yakobo, nga tebakyesigama nate kwoyo eyabakuba: naye balyesigama ku Mukama, Omutukuvu wa Isiraeri,
21 mu mazima. Ekitundu ekirifi'kawo kirikomawo, ekirifi'kawo ku Yakobo, eri Katonda owamanyi.
22 Kubanga abantubo Isiraeri newakubade nga baliba ngomusenyu ogwenyanja, ekitundu (obutundu) ekirifi'kawo kubo kirikomawo: okutukiriza kwa-
23 tesebwa, okusu'kirira nomusango ogwensonga. Kubanga okukome'kereza, era okwatesebwa, Mukama, Mukama owegye kwalikola wakati munsi yona.
24 Kyava ayogera Mukama, Mukama owegye nti Mwe abantu bange abatula mu Sayuni, temutyanga Asuli: newakubade ngakukuba noluga, nakugalu-
25 lira omugogwe, ngempisa Yemisiri bweri. Kubanga akasera kakyali katono nyo, okunyiga kulyoke kutukirizibwe nobusungu bwange mu kuzikirira
26 kwabwe. Awo Mukama owegye alimuletako ekoba, nga bwebyali Midiani bweyatirwa awali olwazi lwa Olebu: nolugalwe luliba ku nyanja, era alirugalula ngempisa Yemisiri bweri. Awo oluli-

tuka ku lunaku luli, omugugugwe guliva ku kibegabegakyo, nekikoligokye mu bulagobwo, nekikoligo kirizikirizibwa olwokufukibwako amafuta.

Atuse Eyayasi, aise mu Migironi; Emikimasi 28
gyaterekera emigugugye: bavunuseawavunukirwa; 29
basuze Egeba: Lama akankana; Gibea wa Saulo
aduse. Yogerera wagulu nedoboziryo, gwe muwala 30
wa Galimu! wulira, gwe Laisa! Gwe Anasosi
asasirwa! Mademena muduse; abatula mu Gebimu 31
bekung'anya okuduka. Ku lunaku luno olwa lero 32
anasula Enobu: omukonogwe agugalulira olusozi
lwa muwala wa Sayuni, olusozi lwa Yerusalemi.

Laba, Mukama, Mukama owegye, alitema ama- 33
tabi nentisa: nabawanvu abawagufu balitemerwa
dala, nabagulumivu balikakanyizibwa. Era alima- 34
lawo nekyuma ebisaka ebyomukibira, ne Lebanoni aligwa olwowamānyi.

11

Era mu kikolo kya Yese muliva ensibuka, ne- 1
tabi eririva mu mizigye liribala ebibala: nomwoyo 2
gwa Mukama gulibera kuye, omwoyo ogwamagezi
nokutegera, omwoyo ogwokutesa namanyi, omwoyo
ogwokumanya nokutya Mukama; nokutya Muka- 3
ma kwalisanyukira: so talisala misango ngokulaba
kwamasoge bwekunabanga, so talinenya ngoku-
wulira kwamatuge bwekunabanga: naye anasali- 4
ranga omwavu emisango gya nsonga, era ananenyanga nobutukirivu olwabawombefu abali kunsi:
era alikuba ensi nomugo ogwomukamwake, era
ali'ta omubi nomuka ogwomumimwagye. Nobu- 5
tukirivu buliba lukoba lwa mu kiwatokye, nobwesigwa (buliba) lukoba lwa mu mugongogwe. No- 6
musege gunasulanga wamu nomwana wendiga,
nengo enegalamiranga wamu nomwana wembuzi;
nenyana nomwana wempologoma nekya sava
wamu; nomwana omuto aliziitiriza. Nente nedu- 7
bu ziririra wamu; abana bazo baligalamira wamu:

8 nempologoma erirya omudo ngente. Nomwana
ayonka alizanyira ku kinya ekyenswera, nomwana
eyakava ku mabere aliteka omukonogwe ku mpa-
9 mpagama yesalambwa. Tebaliruma newakubade
okuzikiriza ku lusozi lwange olutukuvu lwona:
kubanga ensi erijula okumanya Mukama, ngama'zi
bwegasanikira enyanja.
10 Awo olulituka ku lunaku luli ekikolo kya
Yese, ekiimirira okuba ebendera eyamawanga, eri
oyo amawanga gyebananonyanga; nekifokye ekyo-
kuwumuliramu kiriba kitibwa.
11 Awo olulituka ku lunaku luli Mukama alisawo
nate omukonogwe omulundi ogwokubiri okuko-
myawo abalifikawo ku bantube abalisigala, oku-
bagya mu Bwasuli ne mu Misiri ne mu Pasiro ne
mu Kusi ne mu Eramu ne mu Sinali ne mu
12 Kamasi ne mu bizinga ebyomunyanja. Era ali-
wanikira amawanga ebendera, era alikung'anya
abāgobebwa mu Isiraeri, naleta wamu abāsasanyi-
zibwa ku Yuda okubagya mu nsonda enya ezensi.
13 Era obugya bwa Eferaimu buligwawo, nabo abate-
ganya Yuda balizikirizibwa. Eferaimu talikwati-
rwa Yuda bugya, ne Yuda taliteganya Eferaimu.
14 Era balibuka nebagwa ku kibegabega Kyomufirisiti
ebugwanjuba; balyetaba okunyaga abana bobuva-
njuba: baligolola omukonogwabwe ku Edomu ne
15 Moabu; nabana ba Amoni balibagondera. Era
Mukama alizikiririza dala olulimi lwenyanja Eye-
misiri; era alikunkumulira omukonogwe ku Muga
nempewoye ekaza, nagukuba nagufula emiga mu-
16 sanvu, nasomosa abantu nga tebatobye bigere. Era
waliba olugudo eri abo abalifikawo ku bantube,
abalisigala, okuva mu Bwasuli; nga bwerwāliwo
eri Isiraeri ku lunaku lweyalinyirako okuva
munsi Yemisiri.

12

ERA ku lunaku luli olyogera nti Nakwebaza, ai Mukama; kubanga newakubade nga wansunguwalira, obusungubwo bukyuse, era onsanyusa. Laba, Katonda bwe bulokozi bwange; nesiganga nesitya: kubanga Mukama Yakuwa ge manyi gange noluimba; era yafuse obulokozi bwange. Kyemuliva musena nesanyu ama'zi mu nzi'zi ezobulokozi. Era ku lunaku luli mulyogera nti Mwebaze Mukama, muite erinyalye, mubulire ebikolwabye mu mawanga, mwogere erinyalye ligulumizibwe. Mumuimbire Mukama; kubanga akoze ebyekitibwa: ekyo kimanyibwe munsi yona. Yogerera wagulu olekane, gwatula mu Sayuni: kubanga Omutukuvu owa Isiraeri ali wakati mugwe mukulu.

13

OMUGUGU gwa Babuloni Isaya mutabani wa Amozi gweyalaba.

Muwanike ebendera ku lusozi olwobweru, mubaimusize edobozi, muwenye nomukono, baingire mu miryango egyabakungu. Ndagide abawonge bange, wewawo, mpise abasaja bange abamanyi olwobusungu bwange, abange abenyumiriza namalala. Oluyogano lwekibina ku nsozi, ngolwegwanga edene! oluyogano olwokulekana kwobwakabaka obwamawanga nga gakung'anye! Mukama owegye akung'anyiza egye olutalo. Bava munsi yewala, ku nkomerero yegulu, Mukama nebyokulwanyisa ebyokunyigakwe, okuzikiriza ensi yona. Muwowogane; kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi; lulija ngokuzikirira okuva eri Omuinza webintu byona. Emikono gyona kyegiriva gidirira, na buli mutima gwomuntu gulisanuka: era balikeng'entererwa; okusonsomolwa nokubalagalwa kulibakwata;

balirumwa ngomukazi alumwa okuzala : baliwunikirira boka na boka ; amaso gabwe galiba maso
9 ga muliro. Laba, olunaku lwa Mukama luja, olukambwe, nga lulina obusungu nekiruwi ; okuzisa ensi, nokuzikiriza abalina ebibi abayo
10 okubamalamu. Kubanga emunyenye ezomugulu nebibina byazo tebiryaka kwaka kwabyo : enjuba erizikizibwa ngevayo, nomwezi tegulyaka musana
11 gwagwo. Nange ndibonereza ensi olwobubi bwabwe, nababi olwobutali butukirivu bwabwe ; era ndimalawo ekyejo ekyabalina amalala, era ndika-
12 kanya okwenyumiriza kwabo abatisa. Ndifula omusaja okuba owomuwendo okusinga ezabu enungi, omusaja okusinga ezabu enungi eya Ofira.
13 Kyendiva nkankanya egulu, nensi erinyenyezebwa okuva mu kifo kyayo, mu busungu bwa Mukama owegye, ne ku lunaku olwekiruwikye.
14 Awo olulituka ngempeyo egobebwa era ngendiga ezitaliko musumba, balikyuka buli muntu okuda mu bantu bewabwe ye, era baliduka buli muntu
15 munsi yabwe ye. Buli analabikanga anafumitibwanga ; na buli anawambibwanga anagwanga
16 nekitala. Nabana babwe abawere balimenyerwamenyerwa mu maso gabwe ; enyumba zabwe zirinyagibwa, nabakazi babwe balikwatibwa lwa
17 manyi. Laba, ndibaletako Abamedi, abatalisayo
18 mwoyo eri efeza, nezabu tebaligisanyukira. Nemitego gyabwe girimenyamenya abavubuka ; so tebalisasira zade lya lubuto ; eriso lyabwe teriri-
19 sonyiwa bana bato. Ne Babuloni, ekitibwa ekyobwakabaka, obulungi obwamalala Agabakalidaya, kiriba nga Katonda bweyasula Sodoma ne Go-
20 mola. Tekirisulibwamu enaku zona, so tekiriberwamu emirembe nemirembe : so Nomuwalabu talisimbayo wema ; so nabasumba tebaligalami-
21 zayo mbuzi zabwe. Naye ensolo enkambwe ezomulukola ze zirigalamirayo ; nenyumba zabwe zirijula ebintu ebisinda ; ne bamaya baliberayo,

nebya zigeye birizinira eyo. Nemisege girikabira 22
mu bigo byabwe, nebibe mu mayumba gabwe
agebinyumu: nekisera kyakyo kiri kumpi noku-
tuka, so nenaku zakyo teziryongerwako. Kuba- 14
nga Mukama alisasira Yakobo, era, bwalimala,
nalonda Isiraeri, nabateka munsi yabwe bo:
nomugenyi alyegata nabo, era balyetaba nenyu-
mba ya Yakobo. Namawanga balibatwala, ne- 2
babaleta mu kifo kyabwe: nenyumba ya Isiraeri
baliba nabo munsi ya Mukama okuba abadu naba-
zana: era balibawamba abo abābawambanga; era
balifuga abo abābajoganga.

Awo olulituka ku lunaku Mukama lwalikuwe- 3
rako okuwumula mu nakuzo ne mu kuteganakwo
ne mu kuwereza okuzibu kwewawalirizibwa oku-
wereza, awo oligera olugero luno ku kabaka 4
Webabuloni noyogera nti Omujozi ngawedewo!
ekibuga ekya zabu nga kiwedewo! Mukama 5
amenye omugo ogwababi, omugo ogwobwakabaka
ogwabo abafuga; ogwakubanga amawanga nobu- 6
sungu olutata, ogwafuganga amawanga nekiruwi,
neguiganya negutaziizibwa muntu yena. Ensi 7
yona ewumude, era eterede: babaguka okuimba.
Wewawo, enfugo zikusanyukira, nemivule egyoku 8
Lebanoni, (nga gyogera nti) Kasokede ogalamizi-
bwa, tekulinyanga kufe atutema. Amagombe 9
wansi gagugumuka kululwo okukusisinkana ngo-
ja: gagolokosa abafu kululwo, abakulu bona
abensi; gaimusi'za bakabaka bona abamawanga
okuva ku ntebe zabwe. Abo bona balidamu 10
nekakugamba nti Era nawe ofuse munafu ngafe?
ofananyizibwa ngafe? Ekitibwakyo kis'ibwa 11
emagombe, nedobozi lyenangazo: envunyu zāli-
ridwa wansiwo, era envunyu zikubiseko. Ngo- 12
gude okuva mu gulu, gwe emunyenye eyenkya,
omwana wenkya! ngotemedwa okutuka ku taka,
gweyame'ganga amawanga! Noyogera mu mu- 13
timagwo nti Ndirinya mu gulu, ndigulumiza

entebe yange okusinga emunyenye za Katonda;
era nditula ku lusozi olwekibina, ku njuwi eze-
14 nkomerero ezobukika obwa kono: ndirinya oku-
singa ebire webikoma; ndifanana oyo ali wagulu
15 enyo. Naye oli'sibwa emagombe, ku njuwi eze-
16 nkomerero ezekinya. Abo abanakulabanga bana-
kukeberanga, banakulowozanga, (nga bogera nti).
Ye wuno eyakankanya ensi, eyanyenya obwaka-
17 baka; eyazisa ensi yona, nasula ebibuga byamu;
18 atatanga basibebe okuda ewabwe? Bakabaka
bona abamawanga, bona bwebenkana, bebakira
19 mu kitibwa, buli muntu mu nyumbaye ye. Naye
gwosulibwa okukugya mu malalogo ngetabi eri-
kyaibwa, ngoyambade aba'tibwa, abafumitibwa
nekitala, aba'ka mu mainja agekinya; ngomu-
20 lambo ogulinyirirwa nebigere. Toligatibwa nabo
mu kuzikibwa, kubanga wazikiriza ensiyo, no'ta
abantubo; ezade lyabo abakola obubi teriryoge-
21 rwako enaku zona. Mutegekere abanabe okuti-
bwa olwobutali butukirivu bwa bakitabwe; ba-
leme okugolokoka, nebalya ensi, nebajuza ensi
22 yona ebibuga. Nange ndibagolokokerako, bwayo-
gera Mukama owegye, nempementa mu Babuloni
erinya nabalifikawo, nomwana nomu'zukulu, bwa-
23 yogera Mukama. Era ndikifula obutaka bwa na-
mununga, nebidiba ebyama'zi: era ndikyera nolwe-
yo olwokuzikiriza, bwayogera Mukama owegye.
24 Mukama owegye alaide, ngayogera nti Mazima
nga bwenalowoza, bwekirituka bwekityo; era
25 nga bwenatesa, bwekirinyuwera bwekityo: ndi-
menyera Omwasuli munsi yange, era ndimulinyira
nebigere ku nsozi zange: awo ekikoligokye kiri-
bavako, nomugugugwe guliva ku kibegabega
26 kyabwe. Okwo kwe kutesa okwatesebwa kunsi
yona: era ogwo gwe mukono ogwagololwa ku
27 mawanga gona. Kubanga Mukama owegye ye
yatesa, era ani alikijulula? nomukonogwe gwe
gugolodwa, era ani aligu'zayo?

Mu mwaka kabaka Akazi mweyafira newabawo 28
omugugu guno.

Tosanyuka, gwe Bufirisiti, gwe wena, kubanga 29
omugo gumenyese ogwakukuba: kubanga mu
kikolo kyomusota muliva esalambwa, nezade
lyalyo liriba musota gwa muliro ogubuka. Na- 30
baberyeberye ababavu balirya, nabatalina bintu
baligalamira mirembe: era ndi'ta ekikolokyo
nenjala, nababo abalifikawo balitibwa. Wowo- 31
gana, gwe wankaki; kaba, gwe ekibuga; osanuse,
gwe Bufirisiti, gwe wena; kubanga mu bukika
obwa kono muvamu omuka, so tewali eyewala mu
ntukoze ezalagirwa. Kale balyanukulwa batya 32
ababaka abegwanga? Nti Mukama yatekawo
emisingi gya Sayuni, ne muye ababonyabonyeze-
bwa ku bantube mwebalidukira.

15

Omugugu gwa Moabu. 1

Kubanga mu kiro kimu Ali ekya Moabu baki-
zisa, bakimalawo; kubanga mu kiro kimu Kira
ekya Moabu bakizisa, bakimalawo. Ayambuse 2
Ebayisi ne Diboni, ku bifo ebigulumivu, okukaba
amaziga: Moabu awowoganira Nebo ne Medeba:
ku mitwe gyabwe gyona kuliko ebiwalata, buli
kirevu kimweredwa. Besibira ebibukutu mu 3
ngudo zabwe: wagulu ku nyumba zabwe ne mu
mbuga zabwe buli muntu awowogana, ngakaba
nyo amaziga. Ne Keseboni alira, ne Ereale; 4
edobozi lyabwe liwulirwa okutuka Eyakazi: ba-
serikale ba Moabu kyebava bogerera wagulu;
obulamubwe bukankana mundaye. Omutima 5
gwange gukabira Moabu; abakungube badukira
Ezooli, Eyegerasiserisiya: kubanga awayambuki-
rwa Erukisi gyebalinyira nga bakaba amaziga; ku-
banga bakabira mu kubo Eryekolonaimu okukaba
okwokuzikirira. Kubanga ama'zi Agenimirimu 6
galirekebwawo: kubanga omudo guwotokede

dala, omudo omugonvu gugwawo, tewali kintu
7 kimera. Ebintu ebingi byebafunye nebyo bye-
baterese kyebaliva babitwala eri omuga ogwe-
8 nzingu. Kubanga okukaba kwetolode ensalo
za Moabu; okuwowogana kwakwo (kutuse) Eye-
geraimu, nokuwowogana kwakwo (kutuse) Ebe-
9 ererimu. Kubanga ama'zi Agedimoni gajude
omusai: kubanga ndyeyongera okuleta ebirala
nate ku Dimoni, empologoma kwoyo awona ku
Moabu, ne kwabo abalifikawo kunsi.

16

1 Muwezere abana bendiga boyo afuga ensi
okuva Esera ekyolekera olukola okutuka ku
2 lusozi lwa muwala wa Sayuni. Kubanga olulitu-
ka ngenyonyi ezabula ngekisu ekyasasana bwe-
batyo bwebaliba bawala ba Moabu ku misomoko
3 gya Alinoni. Tesa ebigambo, mala omusango;
fula ekisikirizekyo okuba ngekiro wakati mu
tuntu: kweka abagobedwa; tolyamu lukwe adā-
4 gana. Abange abagobedwa batule nawe; Moabu,
bera kidukiro gyali mu maso gomunyazi: ku-
banga omukanga azikiride, okunyaga kuwede,
5 abajozi bakomye munsi. Nentebe eyobwakabaka
erinyuwezebwa mu kusasira, era walibawo aligitu-
lako mu mazima, mu wema ya Daudi; ngasala
emisango, era ngagoberera ebyensonga, era omwa-
ngu okukola ebyobutukirivu.
6 Tuwulide amalala ga Moabu, nga wa malala
mangi nyo; ekyejokye namalalage nobusungubwe;
7 okwenyumirizakwe tekulimu. Moabu kyaliva
awowoganira Moabu, buli muntu aliwowogana:
mulinakuwalira emigati egya zabibu Egyekirika-
8 lesesi, nga mukubidwa dala. Kubanga enimiro
Ezekeseboni ziwotoka, nomuzabibu Ogwesibima;
abakungu abamawanga bamenyede dala emiti
gyagwo egyasinga obulungi; gyabuna okutuka
Eyazera, gyatuka mu lukola; amatabi gagwo gā-

landa, gāsomoka enyanja. Kyenava nkabira amaziga awamu nokukaba kwa Yazera olwomuzabibu Ogwesibima: nakufukirira amaz'i namaziga gange, gwe Keseboni ne Ereale: kubanga ku bibalabyo ebyekyengera ne ku bikungulwabyo kukubidwako olube. Nesanyu ligyidwawo, nemizira giwede mu nimiro eng'imu; ne mu nsuku zemizabibu temuliba kuimba, newakubade edobozi eryokusanyuka: tewaliba musogozi alisogolera omwenge mu masogolero; nkome'za emizira (gyabasogozi). Ebyenda byange kyebiva bikabira Moabu ngenanga, ne munda wange mukabira Kirikeresi. Awo olulituka, Moabu bwalyeyanjula, bwalyekoya ku kifo ekigulumivu, naja mu watukuvuwe okusaba, talisobola.

Ekyo kye kigambo Mukama kyeyayogera ku Moabu mu biro ebyeda. Naye kakano Mukama ayogede nti Emyaka esatu nga teginagwako, ngemyaka egyomusenze akolera empera bwegibera, ekitibwa kya Moabu kirinyomebwa awamu nekibinakye kyona ekinene; nabo abalifikawo baliba batono nyo so tebaliba kintu.

17

Omugugu gwa Damasiko.

Laba, Damasiko, kigyidwawo obutaba kibuga, era kiriba kifunvu ekyebyagwa. Ebibuga bya Aloera birekedwawo: biriba bya mbuzi, ezirigalamira so tewaliba alizikanga. Era ekigo kirikoma mu Eferaimu, nobwakabaka mu Damasiko, nabalifikawo ku Busuli; baliba ngekitibwa kyabana ba Isiraeri, bwayogera Mukama owegye.

Awo olulituka ku lunaku luli ekitibwa kya Yakobo kirikendezebwa, nobuge'vu bwomubirigwe buliko'ga. Era kiriba ngomukunguzi bwakung'anya eng'ano emera nomukonogwe negukungula ebirimba; wewawo, kiriba ngomuntu bwalonda ebirimba mu kiwonvu Ekyabalefa. Naye mulisi-

galamu ebirondebwa, ngokukubibwa kwomuzeituni bwekubera, ebibala ebibiri oba bisatu wagulu ku busongezo obukomererayo, ebina oba bitano ku busongezo bwomuti omugimu, bwayogera Mu-
7 kama, Katonda wa Isiraeri. Ku lunaku luli omuntu alitunulira Omutonziwe, namasoge gali-
8 kyukira Omutukuvu owa Isiraeri. So talitunulira byoto, omulimu gwemikonogye, so talikyukira ekyo engaloze kyezakola, oba Bāsera oba ebi-
9 fananyi byenjuba. Ku lunaku luli ebibugabye ebyamānyi biriba ngebifulukwa mu kibira ne ku ntiko yolusozi, ebyavibwamu mu maso gabana ba
10 Isiraeri: era biriba nsiko. Kubanga werabide Katonda owobulokozibwo, so tojukide lwazi lwa manyigo; kyova osimbamu ebisimbe ebyoku-
11 sanyusa, nosigamu ebimera ebigenyi: ku lunaku lwosimbirako osako olukomera, era enkya omerusa ensigozo: naye ebikungulwa bidukira ku lunaku olwokunakuwaliramu era olwokukungubagiramu.

12 Wowe, oluyogano lwamawanga amangi, agawuluguma ngokuwuluguma kwenyanja; nokuwulukuka kwamawanga agawulukuka ngokuwulukuka
13 kwama'zi agamanyi! Amawanga galiwulukuka ngokuwulukuka kwama'zi amangi: naye alibanenya, nabo balidukira wala, era baligobebwa ngebisusunku ebyokunsozi mu maso gempewo, era ngenfufu eyomuzimu mu mberi ya kibuyaga.
14 Akawungezi, laba, ntisa; era obude nga tebunakya tebaliwo. Guno gwe mugabo gwabo abatunyaga, era ye mpera yabo abatukwakwabira.

18

1 Wowe, ensi eyokukwakwaya kwebiwawatiro,
2 eri emitala wemiga gya Kusi: etuma ababaka ku nyanja mu bibaya ku ma'zi, ngeyogera nti Mugende, mwe ababaka abangu, eri egwanga egwanvu era egwewevu, eri abantu ababanga abentisa

kasokede baberawo na guno gujwa; egwanga erigera era eririnyiririra dala, ensi yabwe emiga gigisazemu! Mwe mwena abatula munsi, namwe ababera ku taka lyensi, ebendera bwewanikibwa, nga ku nsozi, mulabanga; era ekondere bwerifuibwanga, muwuliranga. Kubanga bwatyo Mukama bwang'ambye nti Ndisirika, era ndiraba nga nyima mu kifo kyange wentude; ngolubugumu olutemagana mu musana, ngekire kyomusulo mu lubugumu olwomubiro ebyokukunguliramu. Kubanga okukungula nga tekunabawo, okumulisa nga kuwede, nekimuli nga kifuka zabibu eyengera, aliwawagula obutabi nebiwabyo, namatabi agalanda aligagyawo nagatema. Galirekerwa wamu enyonyi ezamadu ezokunsozi nensolo ezensi: era enyonyi ezamadu zirigatulako mu kyeya, nensolo zona ezensi zirigaberako mu togo. Mu biro ebyo ekirabo kirireterwa Mukama owegye ekyabantu abawanvu era abawewevu, nokuva eri abantu ababanga abentisa kasokede baberawo na guno gujwa; egwanga erigera era eririnyiririra dala, ensi yabwe emiga gigisazemu, eri ekifo ekyerinya lya Mukama owegye, olusozi Sayuni.

19

Omugugu gwa Misiri.

Laba, Mukama yebagade ku kire ekiita amangu naja mu Misiri: nebifananyi Ebyemisiri birinyenyezebwa mu masoge, nomutima gwa Misiri gulisanuka muyo wakati. Era ndirwanya Abamisiri Nabamisiri: era balirwana buli muntu ne mugandawe, na buli muntu ne muliranwawe; ekibuga nekibuga, obwakababaka nobwakababaka. Nomwoyo gwa Misiri guligwamu wakati muyo; nange ndita okutesa kwayo: era baliragulwa eri ebifananyi, neri abasawo, neri abo abaliko emizimu, neri abalogo. Era ndigabula Abamisiri mu mukono gwomwami omukambwe; era kabaka omukanga

alibafuga, bwayogera Mukama, Mukama owegye.
5 Nama'zi galikendera mu nyanja, nomuga guliwe-
6 buka negukala. Nemiga giriwunya; obuga Obwe-
misiri bulikewa nebukala: ebitogo nesalu biriwo-
7 toka. Amalundiro agali ku Kiira, ku lubalama
lwa Kiira kwe nyini, ne byona ebisigibwa ku
Kiira, birikala, birigobebwawo, so tebiribawo nate.
8 Era nabavubi balikaba, nabo bona abasula ama-
lobo mu Kiira balinakuwala, nabo abasula ebira-
9 gala mu ma'zi baligwamu amanyi. Era nate abo
abakola omulimu ogwobugogwa obusunsule, nabo
abaluka engoye enjeru, balikwatibwa ensonyi.
10 Nempagi zayo zirimenyekamenyeka, abo bona
11 abakolera empera balinakuwala mu myoyo. Aba-
kulu Abezoani basiruwalide dala; okutesa kwa-
batesa ba Falao abakiza amagezi kufuse ngokwe-
nsolo: mumugamba mutya Falao nti Ndi mwana
12 wa bagezi, omwana wa bakabaka abeda? Kale no
abasajabo abamagezi balirudawa? era bakubulire
kakano; era bategere Mukama owegye kyatese'za
13 ku Misiri. Abakulu Abezoani basiruwade, aba-
kulu Abenofu balimbidwa; ejinja eryokunsonda
14 eryebika byayo, abo be bakyami'za Misiri. Mu-
kama atade omwoyo ogwobubambavu wakati mu-
yo: era bakyami'za Misiri mu buli mulimu gwayo,
15 ngomutamivu ataga'ta ngasesema. So tewaliba
mulimu gwona gwa Misiri oguinzika okukolebwa
omutwe oba mukira, olusansa oba kitogo.
16 Ku lunaku luli Misiri erifanana ngabakazi: era
erikankana eritya olwokukunkumula kwomukono
gwa Mukama owegye, gwakunkumulira kuyo.
17 Nensi ya Yuda erifuka ntisa eri Misiri, buli muntu
anagibulirwangako anatyanga, olwokutesa kwa
Mukama owegye, kwatesa kuyo.
18 Ku lunaku luli waliba ebibuga bitano munsi
Yemisiri ebyogera olulimi lwa Kanani, nebirairira
Mukama owegye; ekimu kiriitibwa nti Kibuga
kya kuzikirira.

Ku lunaku luli waliba ekyoto eri Mukama 19
wakati munsi Yemisiri, nempagi (eriba) ku nsalo
yayo eri Mukama. Era eriba kabonero era omu- 20
julirwa eri Mukama owegye munsi Yemisiri: ku-
banga balikabira Mukama olwabajozi, naye aliba-
wereza omulokozi, era omukumi, naye alibalokola.
Era Mukama alimanyibwa Misiri, Nabamisiri ba- 21
limanya Mukama ku lunaku luli; wewawo, bali-
sinza ne sadaka nekitone, era balyeyama obweya-
mo eri Mukama, era balibutukiriza. Era Mukama 22
alikuba Misiri, ngakuba era ngawonya; nabo
balida eri Mukama, naye alyegairirwa bo, era
alibawonya.

Ku lunaku luli waliba olugudo oluva mu 23
Misiri olugenda mu Bwasuli, Nomwasuli alija mu
Misiri, Nomumisiri mu Bwasuli; Nabamisiri ba-
lisinziza wamu Nabāsuli.

Ku lunaku luli Isiraeri aliba wa kusatu wamu 24
ne Misiri Nobwasuli, omukisa wakati munsi: ku- 25
banga Mukama owegye abawade omukisa, ngayo-
gera nti Bawebwe omukisa Misiri abantu bange,
Nobwasuli omulimu gwemikono gyange, ne Isi-
raeri obusika bwange.

20

Mu mwaka Talitani mweyajira Eyasidoda, Sa- 1
lagoni kabaka Webwasuli bweyamugaba, na-
lwana ne Asidoda nakimenya; mu biro ebyo 2
Mukama nayogerera mu Isaya mutabani wa
Amozi, nti Genda osumulule ekibukutu mu kiwa-
tokyo era onanule engatoyo mu kigerekyo. Na-
kola bwatyo ngatambula bwerere nga talina na
ngato. Mukama nayogera nti Ngomudu wange 3
Isaya bweyatambulira emyaka esatu obwerere nga
talina na ngato okuba akabonero nekyewunyo ku
Misiri ne ku Kusi; bwatyo kabaka Webwasuli 4
bwalitwalira dala abasibe Abemisiri, nabo aba-
gobebwa Abekusi, abato nabakulu, nga bali

bwerere nga tebalina na ngato, namatako gabwe
nga tegabikidwako, okukwasa Misiri ensonyi.
5 Era balikeng'entererwa balikwatibwa ensonyi,
olwa Kusi esubi lyabwe, nolwa Misiri ekitibwa
6 kyabwe. Noyo atula ku tale lino eryenyanja
alyogerera ku lunaku luli nti Laba, bwerifanana
bwerityo esubi lyafe, gyetwadukira okuberwa oku-
lokoka eri kabaka Webwasuli: nafe tuliwona tu-
tya fe?

21

1 Omugugu ogwolukola olwenyanja.
Nga kibuyaga owomubukika obwadyo bwaita
amangu, bwewatyo bwewava mu lukola, munsi
2 eyentisa. Okwolesebwa okuzibu kumbulidwa;
omulyazamanyi alyazamanya, nomunyazi anyaga.
Yambuka, gwe Eramu; zingiza, gwe Obumedi;
3 okusa ebi'kowe kwayo kwona nkukome'za. Eki-
wato kyange kyekivude kijude okubalagalwa;
obulumi bunkute ngobulumi bwomukazi alumwa
okuzala: 'nyoledwa nokuinza nesiinza kuwulira;
4 nkeng'enteredwa nokuinza nesiinza kulaba. Omu-
tima gwange guwejaweja, okusisiwala kunkanze:
ekiro kyenali negomba kifuse gyendi kukankana.
5 Bategeka emeza, basawo abakumi, balya, banywa:
mugolokoke, mwe abakulu, musīge amafuta ku
6 ngabo. Kubanga bwatyo Mukama bwang'ambye
nti Genda osewo omukumi; ategeze kyanalaba:
7 era bwalabanga ekitongole, abebagala embalasi
babiri nga bali wamu, ekibina kyendogoi, ekibina
kyeng'amira, awuliranga nyo nga yetegereza bu-
8 lungi. Nakaba ngempologoma nti Ai Mukama,
nyimirira lutata ku kigo ekikumirwako emisana,
era nkesa obude nga ntekebwa mu kukuma kwa-
9 nge: era, laba, waja ekitongole kyabantu, abeba-
gala embalasi babiri nga bali wamu. Nadamu
nayogera nti Babuloni kigude, kigude; nebifana-
nyi byona ebyole ebya bakatonda bakyo bime-

nyese okutuka ku taka. Wowe gwe kuwūla 10
kwange era engano eyomugūliro lyange: ebyo
byempulide ebivude eri Mukama owegye, Katonda
wa Isiraeri, mbibabulide.

Omugugu gwa Duma. 11

Waliwo ampita ngaima ku Seira nti Omukumi,
ebyekiro bitya? Omukumi, ebyekiro bitya?
Omukumi nayogera nti Enkya eja, era nekiro: 12
bwemwagala okubuza, mubuze: mukyuke, muje.

Omugugu oguli ku Buwalabu. 13

Mu kibira mu Buwalabu mwemulisula, mwe
ebibina Ebyabadedani ebitambula. Oyo eyalu- 14
mwa enyonta bāmuletera ama'zi; abatula munsi
Eyetema bāsisinkana abaduse nemere yabwe.
Kubanga baduka ebitala, ekitala ekisowole, no- 15
mutego omunanule, nobubi bwentalo. Kubanga 16
bwatyo Mukama bwang'ambye nti Omwaka nga
tegunagwako, ngemyaka egyomusenze akolera
empera bwegibera, ekitibwa kyona ekya Kedali
kirigwawo: nabalifikawo ku muwendo gwabalasi, 17
abasaja abamānyi abokubana ba Kedali, baliba
batono: kubanga Mukama, Katonda wa Isiraeri,
akyogede.

22

Omugugu ogwekiwonvu ekyokulaba. 1

Obade otya kakano, nokulinya nolinyira dala
wagulu ku nyumba? Gwajude okulekana, eki- 2
buga ekyoluyogano, ekibuga ekyesanyu; ababo
abatibwa tebatibwa na kitala, so tebafiride mu
ntalo. Abakufuga bona badukira wamu, bāsibi- 3
bwa abalasi: bona abāsangibwa ku babo bāsibirwa
wamu, badukira wala. Kyenava njogera nti Mu- 4
kyuse amaso gamwe obutandaba, nakaba nyo
amaziga; temutegana kunsanyusa olwokunyagi-
bwa kwomuwala wabantu bange. Kubanga lwe 5
lunaku olwokukeng'entererwako era olwokulinyi-
rirwako, era olwokubusizabusizako, oluva eri

Mukama, Mukuma owegye, mu kiwonvu ekyokulaba; okumenyamenya bugwe, nokukaba eri
6 ensozi. Eramu nayambalira omufuko, wamu namagali agabasaja nabebagala embalasi; Kira
7 nasabukulula engabo. Awo olwatuka ebiwonvubyo ebisinga obulungi nebijula amagali, nabeba-
8 gala embalasi nebatalira mu mulyango. Nagyawo ekibika ku Yuda; notunulira ku lunaku luli
ebyokulwanyisa ebyali mu nyumba eyomukibira.
9 Nemulaba ebituli ebyawagulwa mu kibuga kya
Daudi, nga bingi: nemukung'anya ama'zi ageki-
10 diba ekyawansi. Nemubala enyumba ezomu Ye-
rusalemi, nemumenyamenya enyumba okunyu-
11 weza bugwe. Era nemusimira ekidiba ama'zi
agekidiba ekyeda wakati wa babugwe bombi:
naye nemutatunulira oyo eyagira kino, so temwa-
12 lowoza oyo eyakikola eda enyo. Era ku lunaku
luli Mukama, Mukama owegye, naita (abantu)
okukaba amaziga nokuwubala nokumwa ebiwala-
13 ta nokwesiba ebibukutu: era, laba, sanyu na ku-
jaguza, ku'ta nte na ku'ta ndiga, kulya nyama na
kunywa mwenge: tulye tunywe kubanga enkya
14 tunafa. Mukama owegye neyebikulira mu matu
gange nti Mazima obutali butukirivu buno tebu-
lirongosebwa okubavako okutusa lwemulifa, bwa-
yogera Mukama, Mukama owegye.
15 Bwatyo bwayogera Mukama, Mukama owegye,
nti Wegendere eri omuwanika oyo, ye Sebena, ye
16 mukulu wenyumba, (oyogere nti) Okola ki wano?
era ani gwolina wano nokwebajira newebajira
wano entana? ngomubajira entana wagulu, nga
17 yetemera enyumba mu lwazi! Laba, Mukama
alikukasuka lwa manyi ngomusaja (owamanyi);
18 wewawo, alikusabikira dala. Talirema kukyuka
nakukasuka ngomupira munsi engazi; eyo gyoli-
fira, era eyo amagali agekitibwakyo gyegalibera,
19 gwe ensonyi zenyumba ya mukamawo. Nange
ndikugya mu bwamibwo, era aliku'sa okuva mu

bukulubwo. Awo olulituka ku lunaku luli 20
ndiita omudu wange Eriakimu mutabani wa
Kirikiya: era ndimwambaza ekyambalokyo, ne- 21
'munyuweza nolukobalwo, era ndimuteresa oku-
fugakwo mu mukonogwe: era aliba kitabwe eri abo
abatula mu Yerusalemi neri enyumba ya Yuda.
Nekisumuluzo ekyenyumba ya Daudi ndikiteka 22
ku kibegabegakye; era aligulawo so tewaliba
agalawo; era aligalawo so tewaliba agulawo. Era 23
ndimukomerera ngeninga mu kifo ekinyuwevu;
era aliba ntebe ya kitibwa eri enyumba ya kitawe.
Era balimuwanikako ekitibwa kyona ekyenyu- 24
mba ya kitawe, abenda nezade, buli kintu eki-
tono, okuva ku buleku okutuka ku bita byona.
Ku lunaku luli, bwayogera Mukama owegye, eni- 25
nga eyakomererwa mu kifo ekinyuwevu erisimbu-
ka; era eritemebwawo negwa, nomugugu ogwali
kuyo gulisalibwako; kubanga Mukama akyogede.

23

Omugugu gwa Tulo. 1
Muwowogane, mwe amato Agetalasisi; kuba-
nga kizise, obutabamu nyumba newakubade okui-
ngiramu: bakibikulidwa okuva munsi ya Kitimu.
Musirike, mwe abatula ku kizinga; gwe abasu- 2
buzi Abezidoni abawunguka enyanja gwebajuza.
Era ku ma'zi amangi ensigo za Sikola, ebiku- 3
ngulwa bya Kiira, bye byali amagobage; era oyo
ye yali akatale kamawanga. Kwatibwa ensonyi, 4
gwe Zidoni: kubanga enyanja eyogede, ekigo
ekyenyanja, nti Sinalumwa kuzala, so sinazala,
so sinayonsa balenzi, so sinalera bawala. Ebi- 5
gambo bwebirituka Emisiri, balinakuwalira nyo
ebigambo Ebyetulo. Muwunguke mugende Eta- 6
lasisi; muwowogane, mwe abatula ku kizinga.
Kino kye (kibuga) kyamwe ekyesanyu, obukade 7
bwakyo bwa naku za da, ebigere byakyo byaki-
twalanga wala okutula? Ani atese'za kino ku 8

Tulo, (ekibuga) ekitikira engule, abasubuzi bamu
balangira, abatunzi bamu be bekitibwa munsi?
9 Mukama owegye yakitese'za, okuvumisa amalala
agekitibwa kyona, okunyomesa abekitibwa bona
10 abomunsi. Ita munsiyo nga Kiira, gwe muwala
11 wa Talasisi; tewakyali lukoba (olukusiba). Ago-
lode omukonogwe ku nyanja, anyenye'za obwa-
kabaka: Mukama alagide Ebyekanani, okuziki-
12 riza ebigo byamu. Nayogera nti Tokyeyongera
kusanyuka, gwe muwala wa Zidoni ajogebwa:
golokoka, owunguke ogende Ekitimu; era neyo
13 toliba na kuwumula. Laba, ensi Eyabakalidaya;
egwanga lino terikyaliwo; Omwasuli agifude
eyensolo ezomulukola: bāzimba ebigo byabwe,
14 bāsula amayumba gamu: yagizikiriza. Muwo-
wogane, mwe amato Agetalasisi: kubanga ekigo
15 kyamwe kizise. Awo olulituka ku lunaku luli
Tulo kiryerabirirwa emyaka nsanvu, ngenaku za
kabaka omu bweziriba: emyaka nsanvu nga giwe-
deko ebiriba ku Tulo biriba ngebiri mu luimba
16 olwomwenzi. Dira enanga otambuletambule mu
kibuga, gwe omwenzi eyerabirwa; kuba bulungi
enanga, oimbe enyimba nyingi, olyoke ojukirwe.
17 Awo olulituka emyaka nsanvu nga giwedeko
Mukama alijira Tulo, naye alidira emperaye, era
alyenda nobwakabaka bwona obwensi obubuna
18 etaka lyona. Nebibye ebyobuguzi nemperaye
biriba butukuvu eri Mukama: tebiriterekebwa
so tebiriwanikibwa; kubanga ebibye ebyobuguzi
biriba byabo abatula mu maso ga Mukama, oku-
lyanga oku'kuta, nokuba ebyambalo ebigumu.

24

1 Laba, Mukama ensi agimalamu byona, era agi-
zisa, era agivunika, era asasanyiza dala abagitu-
2 lamu. Era olulituka ngabantu bwebaliba bwatyo
kabona bwaliba; ngomudu bwaliba bwatyo mu-
kamawe bwaliba; ngomuzana bwaliba bwatyo

mugolewe bwaliba ; ngomuguzi bwaliba bwatyo
omutunzi bwaliba ; ngawola bwaliba bwatyo eye-
wola bwaliba ; ngawebwa amagoba bwaliba bwa-
tyo amuwa amagoba bwaliba. Ensi erimalirwa- 3
mu dala byona, era erinyagirwa dala ; kubanga
Mukama ayogede ekigambo ekyo. Ensi ewubala 4
era esanuka, etaka ligwamu amanyi era lisanuka,
abantu abagulumivu abensi bagwamu amanyi.
Era ensi esigidwako empitambi wansi wabagitu- 5
lamu ; kubanga basobe'za amateka, nebawanyisa
ekiragiro, nebamenya endagano eterigwawo. Eki- 6
kolimo kyekyava kirya ensi, nabo abagitulamu
balabise nga gubasinze : abatula munsi kyebava
bokebwa, abantu nebasigala batono. Omwenge 7
omusu guwubala, omuzabibu guyongobera, bona
abalina emitima egisanyuka basa ebikowe. Eki- 8
nyumu ekyebitasa kikoma, oluyogano lwabo aba-
sanyuka lugwawo, esanyu eryenanga likoma.
Tebalinywa mwenge nga baimba ; ekitamiza kiri- 9
bakairira abo abakinywa. Ekibuga ekyokweta- 10
bula kimenyesemenyese : buli nyumba egadwawo,
omuntu yena aleme okuingiramu. Waliwo oku- 11
kaba mu ngudo olwomwenge ; esanyu lyona
lizikizibwa, ekinyumu ekyensi kigenze. Mu 12
kibuga musigade okuzika, ne wankaki akubidwa
nokuzikirira. Kubanga bwekiti bwekiribera 13
wakati munsi mu mawanga, nga bwebakuba
omuzeituni, nga bwebalonda ezabibu okunoga
nga kuwede. Bano baliimusa edobozi lyabwe, 14
balyogerera wagulu ; olwobukulu bwa Mukama
balekana nga baima ku nyanja. Kale mugulu- 15
mize Mukama ebuvanjuba, erinya lya Mukama,
Katonda wa Isiraeri, mu bizinga ebyomunyanja.
Tuwulide enyimba nga ziva ku nkomerero 16
yensi, ekitibwa eri abatukirivu. Naye nenjogera
nti Nkozimba, nkozimba, zinsanze ! abalyaza-
manyi balyazamanyi'za : wewawo, abalyazamanyi
balyazamanyi'za nyo. Entisa nekinya nomutego 17

18 biri kugwe, gwatula munsi. Awo olulituka oyo
aduka edobozi eryentisa aligwa mu kinya; noyo
alinya okuva mu kinya wakati omutego gulimu-
kwata: kubanga ebituli ebyawagulu bigudwawo,
19 nemisingi gyensi ginyenya. Ensi emenyekede
dala, ensi esanukide dala, ensi ejulukuse nyo.
20 Ensi eritagata ngomutamivu, era eriyugumizi-
bwa ngensisira; nokusobya kwayo kuligizitowe-
rera, era erigwa netegolokoka nate.
21 Awo olulituka ku lunaku luli Mukama alibo-
nereza egye eryabagulumivu wagulu, ne bakabaka
22 abensi kunsi. Era balikung'anyizibwa wamu nga-
basibe bwebakung'anyizibwa mu kinya, era bali-
sibirwa mu komera, era enaku nyingi nga ziisewo
23 balijirwa. Awo omwezi gulikwatibwa ensonyi,
nenjuba eriswala; kubaŋga Mukama owegye ali-
fugira ku lusozi Sayuni ne mu Yerusalemi, ne
mu maso gabakadebe nekitibwa.

25

1 Ai Mukama, gwe Katonda wange; nakugulu-
miza, natendereza erinyalyo; kubanga okoze ebye-
kitalo, byewatesa eda, mu bwesigwa namazima.
2 Kubanga ekibuga okifude entumo; ekibuga eky-
aliko enkomera (okifude) ebyagwa: eryumba
eryabagenyi (olifude) obutaba kibuga; tekirizi-
3 mbibwa enaku zona. Abantu abamanyi kyebaliva
bakusamu ekitibwa, ekibuga ekyamawanga age-
4 ntisa kirikutya. Kubanga wabanga kigo eri abavu,
ekigo eri atalina kintu ngalabye enaku, ekidukiro
eri kibuyaga, ekisikirize eri olubugumu, okuwuma
kwabentisa bwekuba nga kibuyaga akunta ku
5 kisenge. Ngolubuguinu oluli mu kifo ekikalu
bwolikakanya bwotyo oluyogano olwabagenyi;
ngolubugumu bwerukakanyizibwa nekisikirize
kyekire, oluimba olwabentisa lulikakanyizibwa.
6 Era ku lusozi luno Mukama owegye alifumbira
amawanga gona embaga eyebyasava, embaga eyo-

mwenge omuka, eyebyasava ebijude obusomyo,
eyomwenge omuka ogusengejebwa obulungi. Era 7
alimirira dala ku lusozi luno ekibika kyona ekya-
liridwa ku bantu bona, negigi erisanikide ku ma-
wanga gona. Yamirira dala okufa okutusa enaku 8
zona; era Mukama Katonda alisangula amaziga
mu maso gona; nekivume ekyabantube alikigya
kunsi yona: kubanga Mukama akyogede.
Awo kiryogererwa ku lunaku luli nti Laba, ono 9
ye Katonda wafe; twamulindiriranga, era alitulo-
kola: ono ye Mukama; twamulindiriranga, tuli-
sanyuka tulijaguliza obulokozibwe. Kubanga ku 10
lusozi luno omukono gwa Mukama kweguliwumu-
lira, era Moabu alirinyiririrwa mu kifokye, ngebi-
sasiro bwebirinyiririrwa mu ma'zi agolubungo. Era 11
alyanjuluza engaloze wakati mukyo, ngawuga bwa-
yanjuluza(engaloze)okuwuga: era alikakanya ama-
lalage wamu nenkwe ezengaloze. Nekigo ekyoluko- 12
mera oluwanvu olwa bugwewo akikakanyi'za, akisi-
'za wansi, nakitusa ku taka okutuka ne mu nfufu.

26

Ku lunaku luli oluimba luno luliimbirwa 1
munsi ya Yuda: nti Tulina ekibuga ekyamanyi;
obulokozi bwalisawo okuba bugwe nenkomera.
Mugulewo enzigi, egwanga etukirivu erikwata 2
amazima liingire. Onomukumanga mirembe mi- 3
rembe, eyesigamya omwoyogwe kugwe: kubanga
akwesiga gwe. Mumwesigenga Mukama enaku 4
zona: kubanga mu Mukama Yakuwa mwe mu-
li olwazi olutaligwawo. Kubanga akakanyi'za 5
abo abatula wagulu, ekibuga ekigulumivu: akisa
wansi, akisa wansi okutuka ne ku taka; akika-
kanya okutuka ne mu nfufu. Ekigere kirikiri- 6
nyirira: ebigere byomwavu, nebisinde byoyo ata-
lina kintu. Ekubo eryomutukirivu bugolokofu: 7
gwe omugolokofu olung'amya olugendo olwomu-
tukirivu. Wewawo, mu kubo eryemisangogyo, ai 8

Mukama, mwetwakulindiriiranga; eri erinyalyo neri ekijukizokyo yeri okwoya kwobulamu bwafe.
9 Nakwoyanga nobulamu bwange ekiro; wewawo, nakeranga mu makya okukunonya nomwoyo gwange munda yange: kubanga emisangogyo bwegibera munsi, abatula ku taka lwebaiga obu-
10 tukirivu. Omubi newebamulaga ekisa, era taliiga butukirivu; munsi eyobugolokofu mwanakoleranga ebitali bya nsonga, so taliraba bukulu bwa Mukama.
11 Mukama, omukonogwo guimusibwa, naye tebalaba: naye baliraba obunyikuvubwo olwabantu nebakwatibwa ensonyi; wewawo, omuliro gulyo-
12 kya abalabebo. Mukama, oliragira emirembe gyetuli: kubanga nokukola watukolera emirimu gyafe
13 gyona. Ai Mukama Katonda wafe, abami abalala awali gwe batufuganga: naye gwe tunayatulanga
14 erinyalyo weka. Bafude, tebaliba balamu; bazikiride, tebalizukira: kyewava obajira nobasangu-
15 lawo nobuza okujukirwa kwabwe kwona. Wayaza egwanga, ai Mukama, wayaza egwanga; ogulumizibwa: ogazii'za ensalo zona ezensi.
16 Mukama, lwebalabye enaku lwebakujide, bāfuka
17 okusaba okukangavulakwo bwekwali kubo. Ngomukazi ali olubuto, ebiro ebyokuzalakwe nga binatera okutuka, bwalumwa nakaba ngabalagalwa; bwetutyo bwetwabanga mu masogo, ai Mukama.
18 Twali lubuto, twalumwa, twazala ngempewo; tetwaleta kulokola kwona munsi; so nabatula
19 munsi tebagude. Abafubo baliba balamu; emirambo gyange girizukira. Muzukuke muimbe, mwe ababera mu nfufu: kubanga omusulogwo guli ngomusulo ogwokumīdo, netaka liriwandula abafu.
20 Jangu, egwanga lyange, oingire mu bisengebyo, wegalire enzigizo: wekweke akasera katono,
21 okutusa okunyiga lwekuligwawo. Kubanga, laba, Mukama aja ngafuluma mu kifokye okubonereza abatula munsi olwobutali butukirivu bwabwe:

netaka nalyo liribikula ku musai gwalyo, so teriryeyongera kubika ku balyo aba'tibwa.

27

Ku lunaku luli Mukama alibonereza lukwata omusota oguwulukuka nekitalakye ekyobwogi ekinene ekyamanyi, ne lukwata ogwegolong'onya; era ali'ta ogusota oguli mu nyanja. Ku lunaku luli nti Olusuku olwemizabibu olwomwenge, muluimbire. Nze Mukama ndukuma; nalufukiriranga ama'zi buli kasera: ekintu kyona kireme okulwononanga, nalukumanga emisana nekiro. Ekiruwi tekiri munze: singa kata'zamiti namagwa ganumbye mu lutalo! nandigatabade, nandigokere'za wamu. Oba akwate ku manyi gange, atabagane nange; (wewawo), atabagane nange. Mu biro ebiribawo Yakobo alisimba emizi; Isiraeri alyanya alimulisa: era balijuza ensi yona ebibala.

Amukubye nga ye bweyakuba abo abāmukuba? oba atidwa ngabo bwebatibwa beya'ta? Bwomusindika okugenda, owakana naye mu kigero; amujulude nokuwumakwe okwamanyi ku lunaku olwembuyaga eziva ebuvanjuba. Obutali butukirivu obwa Yakobo kyebuliva bulongosebwa nekyo, era ekyo kye kibala kyona ekyokugyako ekibikye; bwafula amainja gona agekyoto ngebisibosibo ebisekulwasekulwa, Bāsera nebifananyi byenjuba nokuimuka nebitaimuka nate. Kubanga ekibuga ekyabangako enkomera kifulukwa, matongo agalekedwawo, ngolukola: awo enyana werirra, era awo werigalamira nerya amatabi gamu. Amatabi gamu bwegaliwotoka, galiwogolwa; abakazi balija nebagokya: kubanga be bantu abatalina magezi; eyabakola kyaliva alema okubasasira, era eyababumba talibalaga kisa.

Awo olulituka ku lunaku luli Mukama alikung'unta okuva ku bitaba Ebyomuga okutusa ku

muga Ogwemisiri, era mulikungulwa kinomu kinomu, mwe abana ba Isiraeri.

13 Awo olulituka ku lunaku luli ekondere edene lirifuibwa; nabo balija abāli betesetese okuzikirira munsi Yebwasuli nabo abāli bagobedwa munsi Yemisiri; era balisinziza Mukama ku luzozi olutukuvu Eyerusalemi.

28

1 Zisanze engule eyamalala agabatamivu abomu Eferaimu, nekimuli ekiwotoka ekyobulungibwe obwekitibwa, ekiri ku mutwe gwekiwonvu eki-
2 gimu ekyabo abamegebwa omwenge! Laba, Mukama alina owamanyi era omuzira; nga kibuyaga alimu omuzira, embuyaga ezizikiriza, ngama'zi amangi agamanyi agayanjala enyo, bwatyo bwali-
3 sula wansi ku taka nomukono. Engule eyamalala agabatamivu abomu Eferaimu eririnyirirwa nebi-
4 gere: nekimuli ekiwotoka ekyobulungibwe obwekitibwa, ekiri ku mutwe gwekiwonvu ekigimu, kiriba ngetini erisoka okwengera ekyeya nga tekinatuka; oyo alitunulira bwaliraba nga likyali mu
5 mukonogwe alirira dala. Ku lunaku luli Mukama owegye aliba ngule ya kitibwa, era aliba nkufira
6 ya buyonjo, eri abantube abalifikawo: era aliba mwoyo gwa kusala misango eri oyo atula ngasala emisango, era aliba manyi eri abo aba'zayo olutalo
7 mu mulyango. Naye era nabo bakyamye olwomwenge, era ekitamiza kibawabi'za; kabona ne nabi bakyamye olwomwenge, omwenge gubasanyi'zawo, bawabye olwekitamiza; bakyama mu
8 kwolesebwa, besitala mu kusala emisango. Kubanga emeza zona zijude ebisesemye nempitambi,
9 obutabawo kifo (kirongofu). Ani gwaliigiriza okumanya? era ani gwalitegeza ebibulirwa? abo abaleseyo okuyonka era abavude ku mabere?
10 Kubanga kiba kiragiro ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro; olunyiriri ku lunyiriri, olunyiriri ku

lunyiriri; wano katono, awo katono. Neda, naye 11
alyogera nabantu bano nemimwa emigenyi era
nolulimi olulala: beyagamba nti Kuno kwe kuwu- 12
mula, mumuwe okuwumula oyo akoye; era kuno
kwe kuwēra: naye nebataganya kuwulira. Eki- 13
gambo kya Mukama kyekiriva kibera gyebali
ekiragiro ku kiragiro, ekiragiro ku kiragiro; olu-
nyiriri ku lunyiriri, olunyiriri ku lunyiriri; wano
katono, awo katono; bagende bagwe bugazi bame-
nyeke bategebwe bakwatibwe.

Kale, muwulire ekigambo kya Mukama, mwe 14
abanyoma, abafuga abantu bano abali mu Yerusa-
lemi: nti Kubanga mwogede nti Tulaganye enda- 15
gano nokufa, era tutabaganye namagombe; eki-
bonyobonyo ekyanjala bwekiriitamu, tekiritutu-
kako; kubanga tufude ebyobulimba ekidukiro
kyafe, era twekwese wansi wobukusa: Mukama 16
Katonda kyava ayogera nti Laba, nteka mu Sayuni
ejinja okuba omusingi, ejinja eryakemebwa, (eji-
nja) eryokunsonda eryomuwendo omungi erinyu-
wezebwa enyo wansi: akiriza talyanguiriza.
Era ndifula omusango okuba omugwa ogugera, 17
nobutukirivu okuba omugwa ogutereza: nomu-
zira gulyerera dala ekidukiro ekyobulimba, na-
ma'zi galyanjala ku kifo ekyokwekwekamu.
Nendagano gyemwalagana nokufa erijulukuka, so 18
nokutabagana kwamwe kwemwatabagana nama-
gombe tekulinyuwera; ekibonyobonyo ekiryanjala
bwekiriitamu, nekiryoka kiribalinyirira wansi.
Buli lwekinaitangamu, kinabakwatanga; kubanga 19
buli lukya kinaitangamu emisana nekiro: era
okutegera ebibulirwa kuliba ntisa nsa. Kubanga 20
ekitanda kimpi omuntu nokuinza natainza kukye-
gololerako; nekyokwebikako kyako kifunda no-
kuinza natainza kukyebika. Kubanga Mukama 21
aligolokoka nga bweyagolokokera ku lusozi Pera-
zimu, alisunguwala nga bweyasunguwalira mu
kiwonvu Ekyegibeoni; akole omulimugwe, omu-

limugwe ogwekitalo, era atukirize ekikolwakye,
22 ekikolwakye ekyekitalo. Kale no temuba banyo-
mi, enjegere zamwe zireme okunyuwezebwa: kuba-
nga okukome'kereza era okwatesebwa kwempulide
okuva eri Mukama, Mukama owegye, kunsi yona.
23 Mutege amatu muwulire edobozi lyange; mu-
24 tegereze muwulire ebigambo byange. Omulimi
alima lutata okusiga? akabala (lutata) nakuba
25 amafunfugu agetakalye? Bwamalanga okulitā-
nya lyona, tayiwa ntinamuti, nasasanya kumi-
no, nasiga eng'ano enyiriri ne sairi mu kifo
26 ekiragidwa nobulo ku lubibiro lwako? Kubanga
27 Katondawe amutegeza bulungi, amuigiriza. Ku-
banga entinamuti teziwulibwa na kintu kya bwogi,
so ne kumino tebaginyoleranyolerako namuziga
wegāli; naye entinamuti ziwulibwa na mugo, ne
28 kumino na luga. (Engano) eyomugati bagisa
busa; kubanga talimala naku zona ngagiwula: era
namuziga wegaliye nembalasize newebigisasanya,
29 era tagisa. Era nekyo kivude eri Mukama owegye,
owekitalo okutesa ebigambo, asinga bona amagezi.

29

1 Owange, Alieri, Alieri, ekibuga Daudi kyeya-
sisirako! mugate omwaka ku mwaka; embaga zitu-
2 kire mu ntuko zazo: nendyoka nakuwaza Alieri,
era walibawo okukaba nokuwubala: era aliba
3 gyendi nga Alieri. Era ndikusisirako enjuwi
zona, era ndikuzingiza nekigo, era ndikuzimbako
4 enkomera ezokuzimbirira. Era olikakanyizibwa,
era olyogera ngoima mu taka, nebigambobyo
biriba wansi nga bijima mu nfufu; nedoboziryo
liriba ngeryoyo aliko omuzimu, nga liima mu
taka, nebigambobyo biryogerwa kyama nga biima
5 mu nfufu. Naye ekibina ekyabalabebo kiriba
nge'fufu'ge, nekibina ekyabentisa (kiriba) nge-
nfufu efumuka: wewawo, kiriba kya kasera ma-
6 ngwago. Alijirwa Mukama owegye nokubwatuka,

nekikankano kyensi, nedobozi edene, nomuzimu
ne kibuyaga, nolulimi olwomuliro ogwokya. Ne- 7
kibina ekyamawanga gona agalwana ne Alieri,
gona agalwana naye nekigokye, nabamuteganya,
kiriba ngekiroto, okwolesebwa okwekiro. Awo 8
kiriba ngomuyala bwalota, era, laba, ngalya; naye
nazukuka, nobulamubwe nga tebu'kuse: oba ngo-
wenyonta bwalota, era, laba, nganywa; naye
nazukuka, era, laba, ngazirika, nobulamubwe nga
bwoya: bwekityo bwekiriba ekibina ekyama-
wanga gona agalwana nolusozi Sayuni.

Mulindirire mwewunye; mwesimire dala muzibe 9
amaso: batamide, naye si na mwenge; batagata,
naye si na kitamiza. Kubanga Mukama afuse 10
kumwe omwoyo ogwotulo otungi, era azibye amaso
gamwe, banabi; nemitwe gyamwe, abalaguzi, agi-
biseko. Nokwolesebwa kwona kufuse gyemuli 11
ngebigambo ebyomukitabo ekisibwako akabonero,
abantu kyebawa omuntu eyaigirizibwa nga bogera
nti Soma kino, nkwegairide: nayogera nti Siinza,
kubanga kisibwako akabonero: nebamuwa ekitabo 12
oyo ataigirizibwa nga bogera nti Soma kino, nkwe-
gairide: nayogera nti Siigirizibwanga.

Mukama nayogera nti Kubanga abantu bano ba- 13
nsemberera nebanzisamu ekitibwa kya mu kamwa
kabwe era kya ku mimwa gyabwe, naye omutima
gwabwe baguntade wala, nokuntya kwabwe kira-
giro kya bantu kyebaigirizibwa: kale, laba, ng'enda 14
okukola omulimu ogwekitalo mu bantu bano,
omulimu ogwekitalo era ekyamagero: namagezi
gabagezigezi babwe galizikirira, nokutegera kwa-
bakabakaba babwe kulikwekebwa.

Zibasanze abo aba'ka enyo wansi okukweka 15
Mukama okutesa kwabwe, nemirimu gyabwe giri
mu kizikiza, nebogera nti Ani atulaba? era ani
atumanyi? Muvunikira dala ebintu. Omubumbi 16
balimwenkanya ebumba; ekintu ekikolebwa no-
kwogera nekyogera kwoyo eyakikola nti Teya-

nkola; oba ekintu ekibumbibwa nekyogera kwoyo
17 eyakibumba nti Talina magezi? Tekyasigadeyo
kisera kitono nyo Lebanoni alifusibwa enimiro
18 eng'imu, nenimiro eng'imu baligiita kibira? Era
ku lunaku luli omu'gavu wamatu aliwulira ebi-
gambo byomukitabo, namaso gomuzibe galiraba
19 okuva mu butalaba ne mu kizikiza. Era abawo-
mbefu balyeyongera okusanyukira Mukama, na-
bavu mu bantu balisanyukira Omutukuvu owa
20 Isiraeri. Kubanga owentisa bamudibi'za, nomu-
nyomi akoma, nabo bona abalabirira obutali buta-
21 kirivu bazikiride: abafula omuntu omusobya mu
musango, nebamutegera omutego anenya mu mu-
22 lyango, nakyamya omutukirivu nekitalimu. Mu-
kama eyanunula Ibulaimu kyava ayogera ku
nyumba ya Yakobo nti Yakobo talikwatibwa
nsonyi kakano, so namasoge tegalikyuka bala lyago.
23 Naye bwaliraba abanabe, omulimu ogwengalo
zange, wakati muye, balitukuza erinya lyange;
wewawo, balitukuza Omutukuvu owa Yakobo, era
24 balitekemukira Katonda wa Isiraeri. Era nabo
abakyama mu mwoyo balifuka abategevu, nabo
abemulugunya baliiga okuigirizibwa.

30

1 Zibasanze abana abajemu, bwayogera Mukama,
abatesa ebigambo, naye si nange; era ababika
nekibika naye si kya mwoyo gwange, balyoke
2 bongere ekibi ku kibi: abatambula okuserengeta
okugenda Emisiri, songa tebabuziza mu kamwa
kange; okwenyuweza mu manyi ga Falao, nokwe-
3 siga ekisikirize Ekyemisiri! Amanyi ga Falao
kyegaliva gabera ensonyi zamwe, nokwesiga ekisi-
4 kirize Ekyemisiri (kuliba) kuswala kwamwe. Ku
banga abakulube bali Zoani, nababakabe batuse
Ekanesi. Bona balikwatirwa ensonyi abantu aba-
5 tainza kubagasa, abatabera newakubade okugasa,
wabula ensonyi era ekivume.

Omugugu ogwensolo ezomubukika obwadyo. 6
Baita munsi eyokulaba enaku nokubalagalwa, omuva empologoma enkazi nensaja, embalasasa nomusota ogwomuliro ogubuka, nga batika obugaga bwabwe ku mabega gendogoi ento, nebintu byabwe ku mabango geng'amira, nga bagenda eri abantu abatagenda kubagasa. Kubanga Misiri 7
aberera bwerere era busa: kyenvude mutūma Lakabu atula obutuzi. Kale genda okiwandikire ku 8
kipande mu maso gabwe, okiteke ne mu kitabo, kibere kya biro ebigenda okuja emirembe nemirembe. Kubanga be bantu abajemu, abana abobu- 9
limba, abana abataganya kuwulira mateka ga Mukama: abagamba abalabi nti Temulabanga; nabala- 10
guzi nti Temutulaguliranga bya mazima, mutubulire ebiwewevu, mulagule ebyobulimba: muve 11
mu lugudo, mukyame okuva mu kubo, Omutukuvu owa Isiraeri mumumalewo mu maso gafe. Kyava 12
ayogera Omutukuvu owa Isiraeri nti Kubanga munyomye ekigambo kino nemwesiga okujoga nobubambavu nemwesigama okwo; obutali butu- 13
kirivu buno kyebuliva bubera gyemuli ngekituli ekiwagule ekyagala okugwa, ekizimba enkundi mu kisenge ekiwanvu, okumenyeka kwakyo kuja mangu obutamanyirira. Era alikimenya ngekintu 14
ekyomubumbi bwekimenyeka, ngakimenyamenya awatali kusasira; nokulabika newatalabika lugyo mu bitundu byakyo olwokusena omuliro mu kyoto, oba olwokusena ama'zi mu kidiba. Kubanga bwa- 15
tyo bwayogera Mukama Katonda, Omutukuvu owa Isiraeri nti Mu kuda ne mu kuwumula mwemulirokokera; mu kuterera ne mu kwesiga mwe muliba amanyi gamwe: mwe nemutayagala. Naye 16
nemugamba nti Neda, kubanga tulidukira ku mbalasi; kyemuliva muduka: era nti Tulyebagala ku zembiro; abalibagoberera kyebaliva babera abembiro. Olukumi baliduka olwokubogola kwo- 17
mu; olwokubogola kwabatano muliduka: okutusa

lwemulisigala ngomulongoti oguli ku ntiko yolu-
18 sozi, era ngebendera eri ku kasozi. Era Mukama
kyaliva alinda, abakwatirwe ekisa, era kyaliva
agulumizibwa abasasire: kubanga Mukama Ka-
tonda wa musango; balina omukisa bona abamu-
lindirira.
19 Kubanga abantu balitula ku Sayuni Eyerusa-
lemi: tolikaba nate maziga; talirema kukukwa-
tirwa kisa olwedobozi eryokukabakwo; bwaliwu-
20 lira alikwanukula. Era Mukama newakubade
ngakuwa emere eyokulaba enaku namaz'i agoku-
bonyabonyezebwa, naye abaigirizabo nga tebakya-
kwekebwa nate, naye amasogo galiraba abaigiri-
21 zabo: namatugo ganawuliranga ekigambo ekiku-
vako enyuma nga kyogera nti Lino lye kubo, mu-
litambuliremu; bwemunakyamiranga ku mukono
ogwadyo, era bwemunakyamiranga ku gwa kono.
22 Era mulyonona ebibika ku bifananyibyo ebyole
ebya feza, nebisanikira ku bifananyibyo ebifumbe
ebya zabu: olibisulira dala ngekintu ekitali kiro-
23 ngofu; olikigamba nti Vawo. Era alitonyesa enku-
ba eyensigozo, zolisiga mu taka; era (aligaba)
emere eyekyengera ekyetaka, era eriba ng'imu era
nyingi: ku lunaku luli ebisibobyo biririra mu
24 malundiro amagazi. Era ente nendogoi ento
ezirima etaka zinalyanga ebyokulya ebirimu omu-
25 nyo, ebyawewebwa nolugali nekiwujo. Era ku
buli lusozi olugulumivu ne ku buli kasozi aka-
wanvu kuliba ensulo nemiga gyama'zi, ku lunaku
26 olwoku'ta abangi, ebigo bwebirigwa. Era omusana
gwomwezi guliba ngomusana gwenjuba, nomusana
gwenjuba gulyeyongera emirundi musanvu, ngo-
musana gwenaku omusanvu, ku lunaku Mukama
lwalisibirako ekinubule ekyabantube nawonya
ekiwundu ekyokufumitibwa kwabwe.
27 Laba, erinya lya Mukama liva wala, nga lyaka
nobusungubwe, era nga linyoka omuka omuziivu:
emimwagye gijude okunyiga, nolulimirwe lüli

ngomuliro ogwokya: nomukagwe guli ngomuga 28
ogwanjala, ogutuka ne mu bulago, okukung'unta
amawanga nolugali olwobutalimu: nolukoba olu-
wabya luliba mumba zamawanga. Muliba nolui- 29
mba ngekiro bwebakwata embaga entukuvu; nesa-
nyu eryomumutima, ngomuntu bwagenda nendere
okuja ku lusozi lwa Mukama, eri Olwazi lwa
Isiraeri. Era Mukama aliwuliza edobozirye erye- 30
kitibwa, era aliraga oku'ka kwomukonogwe, noku-
nyiga kwobusungubwe, nolulimi lwomuliro ogwo-
kya nokubwatuka ne kibuyaga nomuzira. Kubanga 31
olwedobozi lya Mukama Omwasuli alimenyekame-
nyeka, eyakubanga noluga. Na buli lwebanamu- 32
kubanga nomuga ogwalagirwa, Mukama gwalimu-
tekako, wanabangawo ebitasa nenanga: era alirwana
nabo mu ntalo ezokunyenya. Kubanga Tofesi kya- 33
tegekebwa okuva eda; wewawo, kyatekerwatekerwa
kabaka; akifude kiwanvu era kinene: ekikomi
kyakyo muliro na nku nyingi; omuka gwa Mu-
kama, ngomuga ogwekiberiti, gukyasa.

31

Zibasanze abo abaserengeta Emisiri okuberwa, 1
era abesiga embalasi; era abesiga amagali kubanga
mangi, nabebagala embalasi kubanga ba manyi
mangi; naye tebatunulira Mutukuvu wa Isiraeri
so tebanonya Mukama! Naye era naye wa magezi, 2
era alireta obubi, so talikomyawo bigambobye:
naye aligolokokera ku nyumba yabo abakola obubi
ne ku kubera kwabo abakola ebitali bya butuki-
rivu. Kale 'no Abamisiri bantu buntu so si Ka- 3
tonda; nembalasi zabwe mubiri bubiri so si
mwoyo: era Mukama bwaligolola omukonogwe,
oyo abera alyesitala era noyo aberwa aligwa, awo
bona baligwerawo wamu. Kubanga bwatyo Mu- 4
kama bwang'amba nti Ngempologoma bwewulu-
gumira ku mui'go gwayo nempologoma ento, bwe-
baita abasumba bangi okugirumba, teritisibwa na

dobozi lyabwe, so teryetowaza lwa kuyogana kwabwe: bwatyo Mukama owegye bwali'ka okulwa-
5 nira ku lusozi Sayuni ne ku kasozi kako. Ngenyonyi ezibuka, bwatyo Mukama owegye bwanakumanga Yerusalemi; anakikumanga nakiwonya,
6 aliitako nakirokola. Mumukyukire oyo gwemwa-
7 jemerera dala, mwe abana ba Isiraeri. Kubanga ku lunaku luli balisulira dala buli muntu ebifananyibye ebya feza, nebifananyibye ebya zabu, engalo zamwe mwe byezabakolera okuba ekibi.
8 Awo Omwasuli aligwa nekitala ekitali kya bantu; nekitala ekitali kya bantu kirimulya: era aliduka
9 ekitala, nabavubukabe balifuka musolo. Nolwazirwe lulivawo olwokwesisiwala, nabakulube balikeng'entererwa olwebendera, bwayogera Mukama, omulirogwe guli ku Sayuni nekikomikye mu Yerusalemi.

32

1 Laba, kabaka alifuga nobutukirivu, nabakulu
2 balifuga nomusango. Era omuntu aliba ngekifo ekyokwekwekamu eri empewo, nekidukiro eri kibuyaga; ngemiga gyama'zi mu kifo ekikalu, ngekisikirize kyolwazi olunene munsi ekoyesa.
3 Namaso gabo abalaba tegalibako kifu, namatu gabo
4 abawulira galiwuliriza. Nomutima gwoyo eyeyinula gulitegera okumanya, nolulimi lwabananagize
5 lulyetekateka okwogera obulungi. Omugwagwa nga tebakyamuita mugabi, so nomukodo nga
6 tebamuita wa kisa. Kubanga omugwagwa alyogera ebyobugwagwa, nomutimagwe gulikola ebitali bya butukirivu, okukola ebyokuvuma Katonda, nokwogera ebikyamu ku Mukama, okulumya enjala obulamu bwomuyala, nokumalawo owenyo-
7 nta kyeyandinywede. Era nebintu ebyomukodo bibi: asala enkwe embi okuzikiriza omuwombefu nebigambo ebyobulimba atalina kintu newayogera

ebyensonga. Naye omugabi alowoza bya kugaba; 8
era mu byokugaba mwalinyuwerera.

Mugolokoke, mwe abakazi abalangaja, muwulire 9
elobozi lyange; mwe abawala abataliko kyemulowoza, mutegere amatu ebigambo byange. Mulina- 10
kuwalira enaku ezirisu'sa omwaka, mwe abakazi abataliko kyemulowoza: kubanga ebikungulwa ebyemizabibu birifa, okukungula tekulituka. Mu- 11
kankane, mwe abakazi abalangaja; munakuwale, mwe abataliko kyemulowoza: mwambule mubere bwerere, mwesibe (ebibukutu) mu biwato byamwe. Balikuba mu kifuba olwenimiro ezokusanyuka, 12
olwomuzabibu omugimu. Kunsi yabantu bange 13
kulimera amagwa ne kata'zamiti; wewawo, ku nyumba zona ezesanyu mu kibuga ekyesanyu: kubanga olubiri lulirekebwawo; ekibuga ekya- 14
bantu abangi kiriba kifulukwa; olusozi nekigo ekirengererwako biriba mpuku enaku zona, sanyu lya ntulege, dundiro lya magana; okutusa omwoyo 15
lwegulitufukibwako okuva wagulu, olukola nerufuka enimiro eng'imu, enimiro eng'imu nebagiita kibira. Awo omusango gulitula mu lukola, nobu- 16
tukirivu bulibera mu nimiro eng'imu. Nomulimu 17
gwobutukirivu guliba mirembe; era obutukirivu bulireta okuterera nokwesiga enaku zona. Naba- 18
ntu bange balitula mu kifo ekyemirembe ne mu nyumba ezenkala'kalira, ne mu biwumulo ebiterevu. Naye omuzira gulitonya, ekibira bwekiri- 19
gwa; nekibuga kirisulirwa dala wansi. Mulina 20
omukisa mwe abasiga ku mabali gama'zi gona, abasindika ebigere byente nendogoi.

33

Zikusanze gwanyaga so tonyagibwanga; era 1
alyazamanya, so tebakulyazamanyanga! Bwolireka okunyaga, nolyoka onyagibwa; era bwolimalira dala okulyazamanya, nebalyoka bakulyazamanya. Ai Mukama, tukwatirwe ekisa; twaku- 2

lindirira: bera mukono gwabwe buli nkya, era
obulokozi bwafe mu biro ebyokulabiramu enaku.
3 Olwedobozi eryokuyogana amawanga gaduse:
4 olwokweyimusa gwe amawanga gasasanye. Nomunyago gwamwe gulikung'anyizibwa ngakawuka
bwekakung'anya: ngenzige bwezigwa bwebali-
5 gugwako bwebatyo. Mukama agulumizibwa kubanga atula wagulu: ajuzi'za Sayuni omusango
6 nobutukirivu. Era walibawo enkala'kalira mu birobyo, obulokozi obusu'kirira, amagezi nokumanya: okutya Mukama bwe buga'gabwe.
7 Laba, abazira babwe bakabira bweru: ababaka
8 abemirembe bakaba nyo amaziga. Engudo zizise, omutambuze agwawo: amenye endagano, anyomye
9 ebibuga, tasayo mwoyo eri abantu. Ensi ewubala eyongobera: Lebanoni akwatidwa ensonyi awotoka: Saloni ali ngolukola; ne Basani ne Kala-
10 meri bawatula. Kakano nagolokoka, bwayogera Mukama; kakano neyimusa; kakano nagulumizi-
11 bwa. Muliba mbuto za bisusunku, mulizala subi:
12 omuka gwamwe muliro ogulibokya. Namawanga 'galiba ngokwokya kwensimbi: ngamagwa agatemebwa agokerwa mu muliro.
13 Muwulire, mwe abali ewala, byenkoze; namwe
14 abali okumpi, mukirize amanyi gange. Abalina ebibi abali mu Sayuni batide; okukankana kubagudeko abo abatatya Katonda. Ani kufe alitula awamu nomuliro ogwokya? ani kufe alitula awamu no-
15 kwokya okutaligwawo? Oyo atambula nobutukirivu, era ayogera ebyamazima; oyo anyoma amagoba agava mu kujoga, akunkumula engaloze obutakwata nguzi, aziba amatuge obutawulira musai, era
16 aziba amasoge obutatunulira bubi; oyo yalitula wagulu: ekifokye ekyokwekuma kiriba nkomera za mainja: emereye anagiwebwanga; ama'zige galiba
17 ga nkala'kalira. Amasogo galiraba kabaka mu bu-
18 lungibwe: galiraba ensi ezimirira ewala. Omutimagwo gulifumitiriza entisa: alirudawa oyo eyabala,

alirudawa oyo eyagera (omusolo?) alirudawa oyo eyabala ebigo? Toliraba gwanga 'kakali, egwanga eririna enjogera enzibu gyotoinza kumanya; erirna olulimi olunagwanga lwotoinza kutegera. Tunulira Sayuni, ekibuga ekyembaga zafe: amasogo galiraba Yerusalemi nga kifo kya kutulamu kiterevu, ewema eterijululwa, enkondo zayo teziri-simbulwa enaku zona, so tewaliba ku migwa gyayo egirikutulwa. Naye eyo Mukama alibera nafe mu bukulu, ekifo ekyemiga emigazi nensulo; omutaliita lyato erivugibwa, so ne malikebu enene terigendamu. Kubanga Mukama ye mulamuzi wafe, Mukama ye mutesi wamateka gyetuli, Mukama ye kabaka wafe; yalitulokola. Emigwagyo egisiba gisumulukuse; tebāinza kunyuweza kikolo kya mulongoti gwabwe, tebāinza kuwanika tanga: awo nebagereka ebintu ebyomunyago omunene; abawenyera bātwala omunyago. Noyo atulamu talyogera nti Ndi mulwade: abantu abatula omwo balisonyibwa obutali butukirivu bwabwe.

19 20 21 22 23 24

34

Musembere, mwe amawanga, okuwulira; era muwulirize, mwe abantu: ensi ewulire nokujula kwayo; etaka nebintu byona ebirivamu. Kubanga Mukama alina okunyiga ku mawanga gona, nekiruwi kugye lyabwe lyona: abazikiriri'za dala, abagabude oku'tibwa. Era ababwe aba'tibwa balisulibwa ebweru, nekivundu ekyemirambo gyabwe kiririnya, nensozi zirisanuka olwomusai gwabwe. Negye lyona eryomugulu liryabulukuka, negulu lirizingibwa ngomuzingo gwempapula: neyge lyalyo lyona liriyongobera ngakalagala bwekayongobera nekava ku muzabibu, era ngakalagala akayongobera bwekava ku mutini. Kubanga ekitala kyange kinywede oku'kuta mu gulu: laba, kirigwa ku Edomu, ne ku bantu abekikolimo kyange, olwomusango. Ekitala kya Mukama

1 2 3 4 5 6

kijude omusai, kisavuwade namasavu, nomusai gwabana bendiga nembuzi, namasavu agensigo zendiga enume: kubanga Mukama alina sadaka
7 Ebozera, noku'ta abangi munsi ya Edomu. Nembogo ziriserengeta wamu nazo, nente wamu ne zisedume; nensi yabwe eritamira omusai, nenfufu
8 yabwe erisavuwala namasavu. Kubanga lwe lunaku olwokuwalana egwanga lya Mukama, omwaka ogwokusasula empera mu mpaka za Sayuni.
9 Nemiga gyayo girifuka bulimbo, nenfufu yayo
10 kiberiti, nensi erifuka bulimbo obwaka. Terizikizibwa misana newakubade ekiro; omuka gwayo gulinyoka enaku zona: emirembe nemirembe eriberera awo ngezise; tewaliba aligiitamu emirembe
11 nemirembe. Naye kimbala ne namunungu be baliba banyiniyo; nekiwugulu ne namung'ona be balitula omwo: era aligiregako omugwa ogwokwe-
12 tabula, namainja agatereza agobutalimu. Baliita abakungu bayo okuja mu bwakabaka, naye tewaliba alibayo; nabalangira bayo bona baliba si
13 kintu. Namagwa galimera mu mayumba gayo, emyenyango namatovu mu bigo byayo: era eriba
14 nyumba za bibe, lugya lwa bamaya. Nensolo enkambwe ezomulukola zirisisinkana nemisege, neya zigeye eriitiriza ginayo; wewawo, enyonyi
15 eyekiro erigwa eyo, neyerabira ekiwumulo. Eyo ekufufu gyeririzimbira ekisu kyalyo, neribika, nerimamira, nerikung'anya wansi wekisikirize kyalyo: wewawo, eyo bakamunyi gyebalikung'anira,
16 buli omu wamu ne mune. Munonye mu kitabo kya Mukama musome: tekulibula kwebyo na kimu, tewaliba ekiribulwa kinakyo: kubanga akamwa kange ke kalagide, nomwoyogwe gwe gubi-
17 kung'anyiza. Era abikubide obululu, nomukonogwe gubigabide nomugwa: birigirya enaku zona, emirembe nemirembe biritula omwo.

35

Olukola namatongo birijaguza; nedungu lirisanyuka, lirisansula ngekiirikiti. Lirisu'kiriza okusansula, lirisanyuka nesanyu nokuimba; ekitibwa kya Lebanoni kiririwebwa, obulungi obungi obwa Kalameri ne Saloni: baliraba ekitibwa kya Mukama, obulungi obungi obwa Katonda wafe. 1 2

Munyuweze emikono eminafu, mukakase namavivi agajugumira. Mubagambe abo abalina omutima omuti nti Mubere namanyi, temutya: laba Katonda wamwe alija nokuwalana egwanga, nempera ya Katonda; alija nabalokola. Awo amaso gomuzibe wamaso negalyoka gazibuka, namatu gomuga'vu wamatu galiguka. Awo awenyera nalyoka abuka ngenangazi, nolulimi lwa kasiru luliimba: kubanga ama'zi galitirikira mu lukola, nemiga mu dungu. Nomusenyu ogumasamasa gulifuka ekidiba, netaka ekalangufu nzi'zi za ma'zi: mu kifo ekyebibe mwebyagalamiranga, muliba omudo nesalu nebitogo. Era eribayo olugudo, nekubo, era liriitibwa nti Kubo lya butukuvu; abatali balongofu tebaliriitamu; naye liriba lya bali: abatambuze, wewawo abasirusiru, tebaliriwabiramu. Teribayo mpologoma, so tekulirinyako nsolo yona eyamadu, tezirirabikayo; naye abānununlibwa be baliritambuliramu: naba Mukama abāgulibwa balikomawo, nebaja Esayuni nga baimba; nesanyu eritaligwawo liribera ku mitwe gyabwe: balifuna esanyu nokujaguza, nokunakuwala nokusinda kulidukira dala. 3 4 5 6 7 8 9 10

36

Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nena ogwa kabaka Kezekiya, Senakeribu kabaka Webwasuli nayambuka okulumba ebibuga byona ebya Yuda ebyaliko enkomera, nabimenya. Awo kabaka Webwasuli nagaba Labusake okuva Erakisi oku- 1 2

genda Eyerusalemi eri kabaka Kezekiya ngalina egye edene. Naimirira ku mabali golusalosalo olwekidiba ekyengulu mu lugudo olwenimiro eyo-
3 mwozi. Awo nebafuluma nebaja gyali Eriakimu mutabani wa Kirikiya, eyali omukulu wenyumba, ne Sebena omuwandisi, ne Yoa mutabani
4 wa Asafu omujukiza. Labusake nabagamba nti Mumugambe kakano Kezekiya nti Bwatyo bwayogera kabaka omukulu, kabaka Webwasuli, nti
5 Bwesige ki buno bwewesiga? Nze ng'amba nti okutesakwo namanyi olwentalo bigambo bugambo ebitalimu: ani 'no gwewesiga nokujema nonjemera
6 nze? Laba, wesigama ku mugo ogwolumuli luno olubetentefu, ye Misiri; omuntu bweyesigama okwo, guingira mu ngaloze neguzifumita: bwatyo bwabera Falao kabaka Wemisiri eri abo bona aba-
7 mwesiga. Naye bwonong'amba nti Twesiga Mukama Katonda wafe: siye wuyo Kezekiya gweyagyako ebifobye ebigulumivu nebyotobye, nagamba Yuda ne Yerusalemi nti Munasinzizanga mu maso
8 gekyoto kino? Kale 'no kakano, nkwegairide, muwe emisingo mukama wange kabaka Webwasuli, nange nakuwa embalasi enkumi biri, gwe
9 kububwo bwonoinza okuzebagazako abantu. Kale oinza otya okukyusa amaso gomwami omu kwabo abasinga obuto ku badu ba mukama wange, newesiga Misiri olwamagali nolwabebagala embalasi?
10 Era kakano nyambuse okutabala ensi eno okugizikiriza awatali Mukama? Mukama yang'amba nti
11 Yambuka otabale ensi eno ogizikirize. Awo Eriakimu ne Sebena ne Yoa nebagamba Labusake nti Nkwegairide, yogera nabadubo mu lulimi Olusuli; kubanga tulumanyi: so toyogera nafe mu lulimi Olwabayudaya mu matu gabantu abali ku
12 bugwe. Naye Labusake nayogera nti Mukama wange antumye eri mukamawo neri gwe okwogera ebigambo bino? tantumye eri abantu abatula ku bugwe, okulya amazi gabwe bo, nokunywa enkali

yabwe bo awamu namwe? Awo Labusake nai- 13
mirira nayogerera wagulu nedobozi edene mu lu-
limi Olwabayudaya nayogera nti Muwulire ebi-
gambo bya kabaka omukulu, kabaka Webwasuli.
Bwatyo bwayogera kabaka nti Kezekiya tabalimba- 14
nga; kubanga taliinza kubawonya: so Kezekiya 15
tabasigulanga eri Mukama ngayogera nti Mukama
talirema kutuwonya; ekibuga kino tekirigabulwa
mu mukono gwa kabaka Webwasuli. Temuwu- 16
liranga Kezekiya: kubanga bwatyo bwayogera
kabaka Webwasuli nti Mutabagane nange, mu-
fulume muje gyendi; mulyenga buli muntu ku
muzabibugwe na buli muntu ku mutinigwe, era
munywenga buli muntu ku ma'zi agomukidi-
bakye ye: okutusa lwendija nembatwalira dala 17
munsi efanana ensi yamwe, ensi eyeng'ano no-
mwenge, ensi eyemigati nensuku zemizabibu.
Mwekume Kezekiya aleme okubasendasenda nga- 18
yogera nti Mukama alituwonya. Waliwo katonda
yena eyamawanga eyali awonyeza ensiye mu mu-
kono gwa kabaka Webwasuli? Balirudawa baka- 19
tonda Abekamasi Neyalapada? balirudawa baka-
tonda Abesefâvaimu? era bawonyeza Samaliya mu
mukono gwange? Bani ku bakatonda bona abensi 20
ezo abawonyeza ensi yabwe mu mukono gwange,
Mukama okuwonya Yerusalemi mu mukono gwa-
nge? Naye nebasirika nebatamwanukula kiga- 21
mbo: kubanga ekiragiro kya kabaka kyali bwekiti
nti Temumwanukulanga. Awo Eriakimu muta- 22
bani wa Kirikiya eyali omukulu wenyumba ne
Sebena omuwandisi ne Yoa mutabani wa Asafu
omujukiza nebaja eri Kezekiya nga bayuziza engo-
ye zabwe, nebamubulira ebigambo bya Labusake.

37

Awo olwatuka kabaka Kezekiya bweyakiwulira 1
nayuza engoyeze nayambala ebibukutu naingira
mu nyumba ya Mukama. Natuma Eriakimu 2

eyali omukulu wenyumba ne Sebena omuwandisi
nabakade abokubakabona, nga bambade ebibu-
3 kutu, eri Isaya nabi mutabani wa Amozi. Neba-
mugamba nti Bwatyo bwayogera Kezekiya nti
Olunaku luno lunaku lwa kulabiramu naku era
lwa kunenyezebwamu era lwa kuvumirwamu:
kubanga abana batuse okuzalwa, so tewali manyi
4 ga kuzala. Mpozi Mukama Katondawo anawulira
ebigambo bya Labusake, kabaka Webwasuli mu-
kamawe gwatumye okuvuma Katonda omulamu,
nanenya ebigambo Mukama Katondawo byawu-
lide: kale imusiza okusabakwo ekitundu ekifi-
5 'sewo. Awo abadu ba kabaka Kezekiya nebaja eri
6 Isaya. Isaya nabagamba nti Bwemutyo bwemu-
nagamba mukama wamwe nti Bwatyo bwayogera
Mukama nti Totya bigambo byowulide, abadu ba
7 kabaka Webwasuli byebanvumye. Laba, ndimu-
tekako omuzimu, naye aliwulira olugambo nadayo
munsiye ye; era ndimusula nekitala munsiye ye.
8 Awo Labusake nadayo nasanga kabaka Webwa-
suli ngalwana ne Libina: kubanga yali awulide
9 nga yasitula Erakisi. Nawulira nga bogera ebya
Tiraka kabaka Wekusi, nti Atabade okulwana
nawe. Awo bweyakiwulira natuma ababaka eri
10 Kezekiya ngayogera nti Bwemutyo bwemuliga-
mba Kezekiya kabaka wa Yuda nga mwogera nti
Katondawo gwewesiga takulimbanga ngayogera nti
Yerusalemi tekirigabulwa mu mukono gwa kabaka
11 Webwasuli. Laba, owulide bakabaka Bebwasuli
byebākolanga ensi zona, nga bazizikiririza dala:
12 nawe oliwonyezebwa? Bakatonda abamawanga
bāgawonya, bakitange gebāzikiriza, Gozani ne Ka-
lani ne Lezefu nabana ba Edeni abābanga mu
13 Terasali? Alirudawa kabaka Wekamasi ne kaba-
ka Weyalapada ne kabaka wekibuga Sefāvaimu
14 Owekena ne Iva? Kezekiya natola ebaluwa mu
mukono gwababaka nagisoma: Kezekiya naya-
mbuka mu nyumba ya Mukama nagyanjululiza

mu maso ga Mukama. Kezekiya namwegairira 15
Mukama ngayogera nti Ai Mukama owegye, Ka- 16
tonda wa Isiraeri, atula ku bakerubi, gwe Katonda,
gwe weka, wa bwakabaka bwona obwomunsi ; gwe
wakola egulu nensi. Tega okutukwo, ai Mukama, 17
owulire ; zibula amasogo, ai Mukama, olabe :
owulire ebigambo byona ebya Senakeribu, byatu-
mye okuvuma Katonda omulamu. Mazima, Mu- 18
kama, bakabaka Bebwasuli bāzisa amawanga gona
nensi yabwe, nebasula bakatonda babwe mu mu-
liro : kubanga tebāli bakatonda, naye mulimu gwa 19
ngalo za bantu, miti na mainja ; kyebāva baba-
zikiriza. Kale 'no kakano, ai Mukama Katonda 20
wafe, tulokole mu mukonogwe, obwakabaka bwo-
na obwomunsi butegere nga gwe Mukama, gwe
weka.

Awo Isaya mutabani wa Amozi natumira Keze- 21
kiya ngayogera nti Bwatyo bwayogera Mukama,
Katonda wa Isiraeri, nti Kubanga onegairide ebya
Senakeribu kabaka Webwasuli, kino kye kigambo 22
Mukama kyayogede kuye : Omuwala wa Sayuni
atamanyi musaja akunyomye era akugadi'za ;
omuwala wa Yerusalemi akunyenyere'za omutwe.
Ani gwovumye gwovode ? era ani gwoimusiri'zako 23
edoboziryo nolalama amasogo wagulu ? ku Mutu-
kuvu wa Isiraeri. Oimye mu badubo okuvuma 24
Mukama noyogera nti Namagali gange amangi
nyambuse ku ntiko yolusozi, ntuse mu njuwi ezo-
munda eza Lebanoni ; era nditemera dala emivule
gyako emiwanvu, nenfugo zako ezisinga obulungi :
era nditula ku lusozi lwako olukomererayo, eki-
bira ekyenimiroye eng'imu. Nsimye era nywede 25
ama'zi, era ndikaliza emiga gyona Egyemisiri ne-
bigere byange. Towuliranga bwenakikola eda 26
enyo nenkibumba okuva 'ebiro ebyeda ? kakano
nkitukiri'za gwe okubera omuzikiriza webibuga
ebiriko enkomera obifule ebifunvu ebyebyagwa.
Ababitulamu kyebāva babera abamanyi amatono, 27

batekemuka nebakeng'entererwa ; nebaba ngesubi eryomunimiro era ngomudo omubisi, ngomudo oguli wagulu ku nyumba, era ngomusiri (gwe-
28 ng'ano) nga tenakula. Naye 'manyi bwotula era bwofuluma era bwoingira era bwonesalirako aka-
29 jegere. Kubanga onesalirako akajegere era kubanga etitimbuliryo lirinye mu matu gange, kyendiva nteka edobo lyange mu nyindoyo nolukoba lwange mu mimwagyo, era ndiku'zayo mu kubo
30 lyewajiramu. Era kano ke kaliba akabonero gyoli : mulirya mu mwaka guno ekyo ekimera kyoka, ne mu mwaka ogwokubiri ekyo kyegumera ; ne mu mwaka ogwokusatu musiganga mukungulanga musimbanga ensuku zemizabibu mulyanga
31 ebibala byamu. Nekitundu ekifisewo ekiwonye ku nyumba ya Yuda balisimba emizi wansi neba-
32 bala ebibala wagulu. Kubanga mu Yerusalemi muliva ekitundu ekifisewo, ne ku lusozi Sayuni abo abaliwona : obugya bwa Mukama owegye
33 bulitukiriza ekyo. Mukama kyava ayogera ku kabaka Webwasuli nti Talituka ku kibuga kino, so talirasayo kasale, so talikyolekera nengabo, so
34 talikitumako kifunvu. Mu kubo mweyajira omwo mwalidirayo, so talituka ku kibuga kino, bwayo-
35 gera Mukama. Kubanga ndirwanirira ekibuga kino okukirokola kubwange nze era ne kubwomudu wange Daudi.

36 Awo malaika wa Mukama nafuluma na'ta mu lusisira Olwabāsuli kasirivu mwobukumi munana mwenkumi tano : abantu bwebagolokoka enkya mu makya, laba, bona bāli mirambo gya bafu.
37 Awo Senakeribu kabaka Webwasuli navayo na-
38 genda nadayo, nabera Enineve. Awo olwatuka bweyali ngasinziza mu kigwa kya Nisiroka katondawe, Aderamereka ne Salezera batabanibe nebamu'ta nekitala : nebadukira munsi ya Alalati. Esaladoni mutabaniwe nafuga mu kifokye.

38

Mu biro ebyo Kezekiya nalwala kumpi nokufa. Isaya nabi mutabani wa Amozi naja gyali namugamba nti Tekateka enyumbayo ; kubanga ogenda kufa so togenda kulama. Awo Kezekiya nakyusiza amasoge ku kisenge namwegairira Mukama nayogera nti Jukira kakano, ai Mukama, nkwegairide, bwenatambuliranga mu masogo namazima nomutima ogwatukirira, nenkola ebiri mu masogo ebirungi. Kezekiya nakaba nyo amaziga. Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Isaya nti Genda ogambe Kezekiya nti Bwatyo bwayogera Mukama, Katonda wa Daudi kitawo, nti Mpulide okusabakwo, ndabye amazigago : laba, ndyongera ku nakuzo emyaka kumi netano. Era ndikuwonya gwe nekibuga kino mu mukono gwa kabaka Webwasuli : era ndirwanirira ekibuga kino. Era kano ke kanaba akabonero gyoli okuva eri Mukama nga Mukama alikola ekigambo kino kyayogede : laba, na'zayo enyuma ekisikirize ekiri ku madala, ekikide ku madala ga Akazi awamu nenjuba, ebanga eryamadala ekumi. Awo enjuba nedayo ebanga eryamadala ekumi ku madala geyali ekideko.

Okuwandika kwa Kezekiya kabaka wa Yuda, bweyamala okulwala era ngawonye endwadeye.

Nayogera nti Mu tuntu lyenaku zange mwendigendera mu miryango gyemagombe :
Nziyidwako emyaka gyange egisigadeyo.
Nayogera nti Siriraba Mukama, Mukama munsi yabalamu :
Siriraba bantu nate wamu nabatula munsi.
Ebiro byange bivudewo, era binziyidwako ngewema eyomusumba :
Nzinze obulamu bwange ngomulusi wengoye ; alinsala ku muti ogulukirwako :
Okuva enkya okutusa ekiro oli'malirawo dala.

13 Nesirisa okutusa enkya ; ngempologoma, bwa-
menya bwatyo amagumba gange gona :
Okuva enkya okutusa ekiro oli'malirawo dala.
14 Ngakatai oba sekanyolya, bwenavulungutana
bwentyo ;
Nawubala nga kamukukulu : amaso gange
gafuirira olwokulalama ;
Ai Mukama, njogebwa ; gwe bera muima
wange.
15 Nayogera ntya ? yayogede nange era ye ye
nyini yakikoze :
Natambulanga mpola emyaka gyange gyona
olwokubalagalwa kwobulamu bwange.
16 Ai Mukama, olwebyo abantu baba balamu,
Era mwebyo mwoka mwe muli obulamu bwo-
mwoyo gwange :
Kale mponya onamye.
17 Laba, olwemirembe gyange kyenava mbala-
galwa enyo :
Naye gwe olwokwagala obulamu bwange obu-
wonye'za mu kinya ekivundirwamu ;
Kubanga osude ebibi byange byona enyuma
wamabegago.
18 Kubanga amagombe tagainza kukutendereza,
okufa tekuinza kukusuta :
Abo abaka mu kinya tebainza kusubira mazi-
mago.
19 Omulamu, omulamu yalikutendereza nga nze
bwenkola lero :
Kitabwe alitegeza abana amazimago.
20 Mukama yetesetese okundokola :
Kyetuliva tuimbira enyimba zange mu nanga
Enaku zona ezobulamu bwafe mu nyumba ya
Mukama.
21 Era Isaya yali ayogede nti Badire ekitole kye-
22 tini bakisige ku jute, era aliwona. Ne Kezekiya
yali ayogede nti Kaliwa akabonero nga ndyambuka
mu nyumba ya Mukama ?

39

Mu biro ebyo Merodakabaladani mutabani wa Baladani, kabaka Webabuloni, nawereza Kezekiya ebaluwa nekirabo: kubanga yawulira nga yali alwade era ngawonye. Kezekiya nabasanyukira, nabalaga enyumba eyebintubye ebyomuwendo omungi, efeza nezabu nebyakalosa namafuta agomuwendo omungi, nenyumba yona eyebyokulwanyisabye, ne byona ebyalabika mu bugagabwe: tewāli kintu mu nyumbaye newakubade mu matwalege gona Kezekiya kyatābalaga. Awo Isaya nabi naja eri kabaka Kezekiya namugamba nti Abasaja bano bogede ki? era bāva wa okuja gyoli? Kezekiya nayogera nti Bava munsi ya wala okuja gyendi, bāva Ebabuloni. Awo nayogera nti Balabye ki mu nyumbayo? Kezekiya nadamu nti Byona ebiri mu nyumba yange babirabye: tewali kintu mu bugaga bwange kyesibalaze. Awo Isaya nagamba Kezekiya nti Wulira ekigambo kya Mukama owegye. Laba, enaku zija byona ebiri mu nyumbayo nebyo bakitawo byebāterekanga okutusa lero lwebiritwalibwa Ebabuloni: tewaliba kintu ekirisigalawo, bwayogera Mukama. Ne ku batabanibo abaliva mugwe bolizala balibatwalako; era baliba balawe mu lyumba lya kabaka Webabuloni. Awo Kezekiya nagamba Isaya nti Ekigambo kya Mukama kyoyogede kirungi. Era nayogera nti Kavuna waliba emirembe namazima mu mirembe gyange.

40

Musanyuse, musanyuse abantu bange, bwayogera Katonda wamwe. Mwogere ebyokusanyusa Yerusalemi, mumukowolere ngentaloze zitukiride, ngobutali butukirivubwe busonyidwa; ngaweredwa mu mukono gwa Mukama emirundi ebiri olwebibibye byona.

3 Edobozi lyayogerera wagulu nti Mulongose mu
lukola ekubo lya Mukama, mugololere mu dungu
4 Katonda wafe olugudo. Buli kiwonvu kirigulu-
mizibwa, na buli lusozi nakasozi zirikakanyizi-
bwa: nobukyamu buligololwa, nebifo ebitali bi-
5 sende biriterezebwa: nekitibwa kya Mukama
kiribikulibwa, ne bona abalina omubiri balikira-
bira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke
6 kakyogede. Edobozi lyayogera nti Yogerera wa-
gulu. Newabawo eyayogera nti Nayogerera ki
wagulu? Omubiri gwona mudo, nobulungi bwa-
gwo bwona buli ng'anga ekimuli ekyomunimiro:
7 omudo guwotoka, ekimuli kiyongobera; kubanga
omuka gwa Mukama gugufuwako: mazima abantu
8 mudo. Omudo guwotoka, ekimuli kiyongobera:
naye ekigambo kya Katonda wafe kirinyuwera
enaku zona.
9 Gwabulira Sayuni ebigambo ebirungi, werinyire
ku lusozi oluwanvu; gwabulira Yerusalemi ebi-
gambo ebirungi, imusa edoboziryo namanyi; lii-
muse, totya; gamba ebibuga bya Yuda nti Laba,
10 Katonda wamwe! Laba, Mukama Katonda alija
ngowamānyi, nomukonogwe gulimufugira: laba
emperaye eri naye, nokusasulakwe kuli mu ma-
11 soge. Alirisa ekisibokye ngomusumba, aliku-
nganya abana bendiga mu mukonogwe, nabasitula
mu kifubakye, aliitiriza mpola ezo eziyonsa.
12 Ani eyali ageze ama'zi mu kibatukye, napima
egulu noluta, nagata enfufu eyokunsi mu kigero,
napima ensozi mu minzani nobusozi mu kipima?
13 Ani eyali alung'ami'za omwoyo gwa Mukama, oba
14 eyamuwerera ebigambo, namuigiriza? Ani gwe-
yali atese'za naye ebigambo, era ani eyali amuigi-
ri'za, namutegeza mu kubo eryomusango, namu-
nyonyola okumanya, namulaga ekubo eryokute-
15 gera? Laba, amawanga gali ngetondo eriri mu
nsuwa, era babalibwa ngefufuge eriri mu minzani:
16 laba, asitula ebizinga ngekintu ekitono enyo. Ne

Lebanoni tamala kuba nku, so nensolo zako tezimala kuba ekiwebwayo ekyokebwa. Amawanga 17
gona gali nga si kintu mu masoge; gabalibwa
gyali nga si kintu dala era nga kirerya. Kale ani 18
gwemulifananya Katonda? oba kifananyi ki kyemulimugererako? Ekifananyi ekyole omukozi 19
akifumba, nomuwesi wa zabu akibikako zabu,
nakifumbira emikufu egya feza. Ainze obwavu 20
nokuinza natainza kirabo ekyenkana awo yeroboza
omuti ogutalivunda; yenonyeza omukozi omugezigezi okusimba ekifananyi ekyole, ekitalijulukuka. Temunamanya? temunawulira? temubu- 21
lirwanga okuva ku luberyeberye? temutegeranga
okuva ku kutondebwa kwensi? Ye wuyo atula 22
kunsi enekulungirivu, nabagitulamu bali ngamayanzi; atimba egulu ngegigi, era alibamba ngewema eyokutulamu: afula abalangira obutaba 23
kintu; afula abalamuzi bensi okuba ebirerya.
Wewawo, tebasimbibwanga; wewawo, tebasigi- 24
bwanga; wewawo, ekikolo kyabwe tekisimbanga
mizi mu taka: era abafuwako nebawotoka, nembuyaga ezomuzimu nezibatwalira dala ngebisusunku.
Kale ani gwemulinfananya nze okumwenkana? 25
bwayogera Omutukuvu. Muimuse amaso gamwe 26
wagulu mulabe eyatonda ebyo bwali, afulumya
egye lyabyo ngomuwendo gwabyo bweguli: byona
abituma amanya; olwobukulu bwobuinzabwe, era
kubanga wa manyi mu kuinza, tewali na kimu
ekibulako.

Ekikwogeza ki, gwe Yakobo, nogamba, gwe 27
Isiraeri, nti Ekubo lyange likwekedwa Mukama,
nomusango gwange guise ku Katonda wange?
Tonamanya? tonawulira? Katonda ataligwawo, 28
Mukama, Omutonzi wenkomerero zensi, tazirika
so takowa; amagezige teganonyezeka. Awa ama- 29
nyi abazirika; noyo atalina buinza amwongerako
amanyi. Abavubuka nabo balizirika balikowa, 30
nabalenzi baligwira dala: naye abo abalindirira 31

Mukama balidamu obugya amanyi gabwe; balitumbira nebiwawatiro ngempungu; baliduka mbiro nebatakowa; balitambula nebatazirika.

41

1 Musirike mu maso gange, mwe ebizinga; amawanga gademu obugya amanyi gabwe: basembere; balyoke bogere: tusembere wamu eri omusango.
2 Ani aimusi'za omuntu ava ebuvanjuba, gwaita mu butukirivu okuja ku kigerekye? agaba amawanga mu masoge, era amufuza bakabaka; abawa ekitalakye ngenfufu, ngebisasiro ebikung'unsibwa eri
3 omutegogwe. Abagoba naitawo mirembe; (aita)
4 mu kubo lyataitangamu nebigerebye. Ani eyakireta eyakikola, ngaita emirembe okuva ku luberyeberye? Nze Mukama owoluberyeberye era
5 owenkomerero, nze wuyo. Ebizinga byalaba nebitya; enkomerero zensi zakankana: bāsembera
6 nebaja. Bābera buli muntu muliranwawe; (buli muntu) nagamba mugandawe nti Guma omwoyo.
7 Awo omuba'zi namugumya omwoyo omuwesi wa zabu, noyo asenyenta nenyondo (namugumya) oyo akuba ku luija, ngayogera ku kyuma ekigata nti Kirungi: nakikomerera neninga kireme okusagasagana.
8 Naye gwe, Isiraeri, omudu wange, Yakobo gwenalonda, ezade lya Ibulaimu mukwano gwange;
9 gwenakwatako okuva ku nkomerero zensi nenkuita okukugya mu nsonda zayo, nenkugamba nti Gwe
10 mudu wange, nakulonda so sikusulanga; totya, kubanga nze ndi wamu nawe; tokeng'entererwa, kubanga nze Katondawo: nakuwanga amanyi; wewawo, nakuberanga; wewawo, nakuwaniriranga
11 nomukono ogwadyo ogwobutukirivu bwange. Laba, abo bona abakusunguwalide balikwatibwa ensonyi baliswazibwa: abo abawakana nawe ba-
12 liba nga si kintu, era balibula. Olibanonya so tolibalaba abo abakuziiza: abo abalwana nawe

baliba nga si kintu era ngekirerya. Kubanga nze 13
Mukama Katondawo nakwatanga ku mukonogwo
ogwadyo nga nkugamba nti Totya; nze naku-
beranga. Totya, gwe olusiring'anyi Yakobo, na- 14
mwe abasaja ba Isiraeri; nze nakuberanga, bwayo-
gera Mukama, era Omutukuvu wa Isiraeri ye
mununuziwo. Laba, ndikufula ekintu ekiwula 15
ekigya ekyobwogi ekirina amanyo: gwoliwula
ensozi, nozisera dala, nofula obusozi okuba ngebi-
susunku. Oliziwuja, empewo nezifumula, embu- 16
yaga ezomuzimu nezizisasanya: nawe olisanyukira
Mukama, olyenyumiririza Omutukuvu wa Isiraeri.
Abavu nabatalina kintu banonya ama'zi songa 17
tewali, olulimi lwabwe nerulakasira; nze Mukama
ndibadamu, nze Katonda wa Isiraeri siribaleka.
Ndizibikula emiga ku nsozi ezobweru nensulo 18
wakati mu biwonvu: ndifula olukola ekidiba
kyama'zi, netaka ekalu okuba enzi'zi zama'zi.
Ndisimba mu lukola omuvule nomusita nomu- 19
mwanyi nomuzeituni; nditeka mu dungu enfugo
nomuyovu ne namukago wamu: balabe, bamanye, 20
balowoze, bategere wamu ngomukono gwa Mu-
kama gwe gukoze kino, era nga Omutukuvu wa
Isiraeri yakitonze.

Mulete ensonga yamwe, bwayogera Mukama; 21
mwolese ensonga zamwe ezamanyi, bwayogera
Kabaka wa Yakobo. Bazirete, batubulire ebi- 22
genda okubawo: mubulire ebyasoka okubawo
bwebiri, tubirowoze tutegere enkomerero yabyo
eyoluvanyuma; oba mutulage ebigenda okuja.
Mubulire ebigambo ebija okubawo oluvanyuma, 23
tulyoke tutegere nga muli bakatonda: wewawo,
mukole obulungi oba mukole obubi tukeng'ente-
rerwe tukirabire wamu. Laba, temuliko gye- 24
muva, so nomulimu gwamwe teguliko gyeguva:
oyo abalonda wa muzizo.

Nyimusi'za omuntu ava ebukika obwa kono, era 25
atuse; okuva ebuvanjuba omuntu aita erinya

lyange: era alija ku bafuga nga ku taka, era ngo-
26 mubumbi bwasamba ebumba. Ani eyakibulira okuva ku luberyeberye tulyoke tumanye? era mu biro ebyeda tulyoke twogere nti Mutukirivu? wewawo, tewali abulira, wewawo, tewali alaga, we-
27 wawo, tewali awulira ebigambo byamwe. Ndisoka okugamba Sayuni nti Balabe, balabe; era ndiwa
28 Yerusalemi omuntu aleta ebigambo ebirungi. Era bwentunula, tewali muntu; mubo be nyini temuli atesa ebigambo, ainza okwanukula ekigambo bwe-
29 mbabuza. Laba, bo bona emirimu gyabwe birerya (so) si kintu: ebifananyi byabwe ebyole mpewo na kwetabula.

42

1 Laba omuwereza wange gwempanirira; omulonde wange obulamu bwange gwebusanyukira: ntade omwoyo gwange kuye; alyolesa omusango
2 eri abamawanga. Talirekana so taliimusa so
3 taliwuliza dobozirye mu lugudo. Olumuli olubetentefu talirumenya so nenfuzi ezinyoka talizizi-
4 kiza: alyolesa omusango mu mazima. Talizirika so talikeng'entererwa okutusa lwalisimba omusango munsi; nebizinga biririndirira amatekage.
5 Bwatyo bwayogera Katonda Mukama, eyatonda egulu nalibamba; eyayanjuluza ensi nebyo ebigivamu; awa omuka abantu abagiriko nomwoyo
6 abo abagitambulako: nze Mukama nakuita mu butukirivu, era nākwatanga ku mukonogwo era nākukumanga, nenkuwa okuba endagano yabantu,
7 okuba omusana eri abamawanga; okuzibula amaso gabazibe bamaso, okugya abasibe mu kinya, nabo
8 abatula mu kizikiza mu 'nyumba eyekomera. Nze Mukama; eryo lye linya lyange: nekitibwa kyange sirikiwa mulala, newakubade etendo lyange
9 eri ebifananyi ebyole. Laba, ebyasoka okubawo bituse, nebigya mbibulira: nga tebinaba kulabika mbibabulira.

Mumuimbire Mukama oluimba olugya, nete- 10
ndolye okuva ku nkomerero yensi; mwe abaserengetera ku nyanja ne byona ebigirimu, ebizinga nababitulako. Olukola nebibuga byamu biimuse 11
(edobozi lyabyo), ebyalo Kedali mwatula; abatula mu Sera baimbe, bogerere wagulu nga baima ku ntiko zensozi. Bamuwe Mukama ekitibwa, era ba- 12
bulire etendolye mu bizinga. Mukama alifuluma 13
ngowamanyi; alibakwasa obugya ngomutabazi: alirekana, wewawo, alyogerera wagulu; alikola abalabebe ebyamanyi. Nalude okusirika; naberera awo 14
nenzibikiriza: kakano nayogerera wagulu ngomukazi alumwa okuzala; nalākīra nempejerawejera wamu. Ndizikiriza ensozi nobusozi, nempotosa emi- 15
do gyako gyona: era ndifula emiga ebizinga nenkaliza ebidiba. Era ndireta abazibe bamaso mu kubo 16
lyebatamanyi; mu mpitiro zebatamanyi mwendibaisa: ndifula ekizikiza okuba omusana mu maso gabwe, nebifo ebikyamu ndibigolola. Ebyo ndi- 17
bikola so siribaleka. Balikyusibwa okuda enyuma, balikwasibwa ensonyi nyingi, abesiga ebifananyi ebyole, abagamba ebifananyi ebisanuse nti Mwe muli bakatonda bafe.

Muwulire, mwe abagavu bamatu; mutunule, 18
mwe abazibe bamaso, mulyoke mulabe. Ani omu- 19
zibe wamaso wabula omuwereza wange? oba mugavu wamatu wabula omubaka wange gwentuma? ani omuzibe wamaso ngoyo eyatabagana nange era omuzibe wamaso ngomuwereza wa Mukama? Ola- 20
ba bingi naye tewetegereza; amatuge gaguse naye tawulira. Mukama yasima, olwobutukirivubwe, 21
okukuza amateka nokugasamu ekitibwa. Naye 22
bano be bantu abānyagibwa abakambūlibwa; bo bona bategebwa mu binya, era bakwekedwa mu nyumba ezamakomera: ba kunyagibwa so tewali awonya; ba kukambūlibwa so tewali ayogera nti 'Zayo. Ani kumwe anategera ekyo okutu? ana- 23
tegereza nawulira olwebiro ebigenda okuja? Ani 24

eyawayo Yakobo okukambúlibwa ne Isiraeri eri abanyazi? si Mukama? oyo gwetwayonona, so tebāganya kutambulira mu makuboge, so tebā-
25 gondera matekage. Kyeyava amufukako ekiruwi ekyobusungubwe namanyi agentalo; nekimwokya enjuwi zona era teyamanya; era kyamusonsomola, era teyakisako mwoyo.

43

1 Naye kakano bwatyo bwayogera Mukama eyakutonda, gwe Yakobo, era eyakubumba, gwe Isiraeri, nti Totya, kubanga nakununula; na-
2 kuita nerinyalyo, oli wange. Bwonoitanga mu ma'zi, naberanga nawe; ne mu miga, tegirikusānyawo: bwonotambulanga okuita mu muliro,
3 tosirirenga; so nomuliro tegulyakira kugwe. Kubanga nze ndi Mukama Katondawo, Omutukuvu wa Isiraeri, omulokoziwo; nawayo Misiri okuba
4 ekinunulokyo, Kusi ne Seba kululwo. Kubanga wali wa muwendo mungi mu maso gange, (era) wa kitibwa, nange nakwagala; kyendiva mpayo abasaja kululwo namawanga kulwobulamubwo.
5 Totya; kubanga nze ndi wamu nawe: ndireta ezaderyo okuligya ebuvanjuba nenkukung'anya okuva ebugwanjuba;
6 ndigamba obukika obwa kono nti Wayo; nobukika obwadyo nti Togana nabo; leta batabani bange okubagya ewala ne ba-
7 wala bange okuva ku nkomerero yensi; buli muntu eyatumibwa erinya lyange era gwenatondera ekitibwa kyange; nze namubumba; we-
8 wawo, namukola. Fulumya abazibe bamaso abalina amaso nabagavu bamatu abalina amatu.
9 Amawanga gona gakung'anyizibwe wamu nabantu betabe: ani kubo ainza okubulira ekyo natulaga ebyasoka okubawo? balete abajulirwa babwe bawebwe obutukirivu: oba bawulire bogere nti
10 Bya mazima. Mwe muli bajulirwa bange, bwayogera Mukama, nomuwereza wange gwenalonda:

mulyoke mumanye munzikirize mutegere nga nze
nzuyo; tewali Katonda eyabumbibwa okusoka
nze, so tewaliba alinziririra. Nze, nze mwene, 11
nze Mukama; so tewali mulokozi wabula nze.
Nze nabulira era nalokola era nalaga, so tewā- 12
banga mumwe (katonda) mulala: kyemuberede
abajulirwa bange, bwayogera Mukama, nange ndi
Katonda. Wewawo, omusana kasokede gubawo 13
era nze nzuyo; so tewali ainza okuwonya mu
mukono gwange: ndikola omulimu, era ani
aliguziiza?

Bwatyo bwayogera Mukama, omununuzi wamwe, 14
Omutukuvu wa Isiraeri, nti Kulwamwe natuma
Ebabuloni, era ndibaserengesa bona ngabaduse,
be Bakalidaya, mu mâto agokusanyuka kwabwe.
Nze ndi Mukama, Omutukuvu wamwe, Omutonzi 15
wa Isiraeri, Kabaka wamwe. Bwatyo bwayogera 16
Mukama, akuba olugudo mu nyanja nekubo mu
ma'zi agamanyi; afulumya egali nembalasi, egye 17
nobuinza; bagalamira wamu, tebaligolokoka; ba-
zikiride, bazikide ngenfuzi: nti Temujukira ebya- 18
soka okubawo, so temulowoza bigambo bya da.
Laba, ndikola ekigambo ekigya; kakano kirira- 19
bika; temulikimanya? ndikuba olugudo ne mu
lukôla, nendeta emiga mu dungu. Ensolo ezomu- 20
nsiko zirinzisamu ekitibwa, ebibe ne bamaya: ku-
banga ngaba ama'zi mu lukola nemiga mu dungu,
okunywesa abantu bange, abalonde bange: abantu 21
benebumbira nzeka bolese etendo lyange. Naye 22
tonkabiranga, gwe Yakobo; naye wantamwa, gwe
Isiraeri. Tondeteranga nsolo ntono eyebibyo ebi- 23
webwayo ebyokebwa; so tonzisamu kitibwa na
sadakazo. Sikuwerezesanga nebiwebwayo, so si-
kukoyesanga na mugavu. Tonguliranga 'muli 24
mpomerevu na feza, so tonzikusanga na masavu ga
sadakazo: naye gwe wamperezesa nebibibyo, wa-
nkoyesa nobutali butukirivubwo. Nze, nze mwene, 25
nze nzuyo asangula ebyonononobyo kulwange nze; so

26 sirijukira bibibyo. Njijukiza ; tuwoze fembi : leta
27 ensongayo olyoke owebwe obutukirivu. Kitawo
28 eyasoka yayonona nabadumibo bānsobya. Kyendiva nvumisa abakulu abomuwatukuvu, era ndi-
44 fula Yakobo ekikolimo ne Isiraeri ekivume. Naye
kakano wulira, gwe Yakobo omuwereza wange ;
2 ne Isiraeri gwenalonda : bwatyo bwayogera Mukama eyakukola nakubumba okuva mu lubuto, anakuberanga, nti Totya, gwe Yakobo omuwereza
3 wange ; nawe Yesuluni gwenalonda. Kubanga ndifuka ama'zi kwoyo alumidwa enyonta nemiga ku taka ekalu : ndifuka omwoyo gwange ku zade-
4 ryo nomukisa gwange ku ndayo : era baliroka mu
5 mudo ngenzingu ku mabali gemiga. Walibawo aligamba nti Nze wa Mukama ; nomulala alyetuma erinya lya Yakobo ; nomulala aliwandika nomukonogwe nga wa Mukama, neyetuma erinya lya Isiraeri.
6 Bwatyo bwayogera Mukama, Kabaka wa Isiraeri, era omununuziwe Mukama owegye : nze ndi wa luberyeberye era nze ndi wa nkomerero ; so tewali
7 Katonda wabula nze. Era ani, nganze, aliita nakibulira nakintekeratekera, kasokede nzisawo egwanga eryeda? nebyo ebija okuja nebyo ebiribawo
8 babibulire. Temutya so temutekemuka : obweda sakubulira nenkiraga? namwe muli bajulirwa bange. Waliwo Katonda wabula nze? wewawo,
9 tewali Lwazi ; nze siriko lwe'manyi. Abo abakola ekifananyi ekyole bona birerya ; nebintu byabwe ebyokwesima tebiriko kyebirigasa : nabajulirwa babwe bo tebalaba so tebamanyi ; balyoke bakwa-
10 tibwe ensonyi. Ani eyakola katonda oba eyasa-
11 nusa ekifananyi ekyole ekitaliko kyekigasa? Laba, bane bona balikwatibwa ensonyi ; nabakozi ba mu bantu : bona bakung'anyizibwe wamu, bai-
12 mirire ; balitya balikwatirwa wamu ensonyi. Omuwesi ngawesa emba'zi naisa mu mawanda nagisenyenta nenyondo nagisāza nomukonogwe ogwama-

nyi: wewawo, ngalumwa enjala amanyige nega-
gwawo; nga tanywa ku ma'zi nayongobera. Omu- 13
ba'zi ngalega omugwa; ngakiramba nekalamu;
ngakisânya neranda nakiramba kyona nekyuma
ekigera, nakifananya ekifananyi kyomuntu, ngo-
bulungi bwomuntu bwebuli, okutula mu nyumba.
Nga yetemera emivule natwala enzo nomuyovu, 14
era yenyuwerezako ogumu ku miti egyomukibira:
ngasimba enkanaga enkuba negimeza. Awo eriba 15
ya nku eri omuntu; nagitwalako nayota; wewa-
wo, ngagikoleza nayokya omugati: wewawo, nga-
kola katonda nakisinza; ngakola ekifananyi
ekyole nakivunamira. Ekitundu kyakyo ngakyo- 16
kera mu muliro; ku kitundu kyakyo kwagya
okulya enyama; ngayokya njokye nakuta: we-
wawo, ngayota nayogera nti Owa, mbugumye,
ndabye omuliro: nekitundu kyakyo ekifiseko 17
ngakifula katonda, ekifananyikye ekyole: ngaki-
vunamira nasinza nakyegairira nayogera nti Mpo-
nya; kubanga gwe katonda wange. Tebama- 18
nyi so tebalowoza: kubanga azibye amaso gabwe
nokuinza nebatainza kulaba; nemitima gyabwe
nokuinza nebatainza kutegera. So tewali ajukira, 19
so tewali kumanya newakubade okutegera nokwo-
gera nayogera nti Ekitundu kyakyo nkyokede
mu muliro, wewawo, era nsise omugati ku ma-
wanda gakyo; njoke'za enyama nengirya: ate
ekitundu kyakyo ekifiseko nakifula ekyomuzizo?
navunamira ekisiki kyomuti? Alya evu: omu- 20
tima ogwalimbibwa gumukyami'za nokuinza na-
tainza kuwonya bulamubwe newakubade okwo-
gera nti Ekyobulimba tekiri mu mukono gwange
ogwadyo?

Ebyo bijukire, gwe Yakobo; nawe Isiraeri, ku- 21
banga gwe muwereza wange: nze nakubumba;
gwe muwereza wange: gwe Isiraeri, sirikwerabira.
Nsangude ebyonobyo ngekire ekiziivu, nebibi- 22
byo ngekire: komawo gyendi; kubanga nakunu-

23 nula. Imba, gwe egulu, kubanga Mukama yakikoze; mwogerere wagulu, mwe enjuwi ezawansi ezensi; mubaguke okuimba, mwe ensozi, gwe ekibira na buli muti ogulimu: kubanga Mukama yanunula Yakobo era alyegulumiriza mu Isiraeri.
24 Bwatyo bwayogera Mukama, omununuziwo era eyakubumba okuva mu lubuto, nti Nze Mukama akola byona; abamba egulu nzeka; ayanjuluza
25 ensi; ani ali awamu nange? a'ta obubonero obwabalimba era alalusa abalogo; akyusa abagezigezi
26 okuda enyuma nensiruwaza amagezi gabwe: anyuweza ekigambo ekyomuwerezawe nentukiriza okutesa kwababakabe; ayogera ku Yerusalemi nti Kiritulwamu; ne ku bibuga bya Yuda nti Birizimbibwa nange ndigolokosa ebifo byamu ebyazika:
27 agamba obuziba nti Kalira, nange ndikaliza emiga:
28 ayogera ku Kulo nti Musumba wange era alitukiriza byenjagala byona: nokwogera nenjogera ku Yerusalemi nti Kirizimbibwa; era agamba yekalu nti Omusingigwo gulitekebwawo.

45

1 Bwatyo Mukama bwagamba oyo gweyafukako amafuta, Kulo, gwenkute ku mukonogwe ogwadyo, okujemula amawanga mu masoge, era ndisumulula ebiwato bya bakabaka; okugulawo enzigi
2 mu masoge ne ziwankaki tezirigalwawo; ndikukulembera nentereza ebifo ebitali bisende: ndimenyamenya enzigi ezebikomo nentematema ebisiba
3 ebyebyuma: era ndikuwa obugaga obwomukizikiza nebintu ebyakwekebwa ebiri mu bifo ebyekyama, olyoke omanye nga ndi Mukama akuita
4 nerinyalyo, Katonda wa Isiraeri. Kulwa Yakobo omuwereza wange ne Isiraeri omulonde wange kyenvude nkuita nerinyalyo: nkutumye erinya
5 newakubade nga to'manyanga. Nze Mukama so tewali mulala; tewali Katonda wabula nze: ndikusiba olukoba, newakubade nga to'manyanga:

balyoke bamanye okuva ebuvanjuba nokuva ebu- 6
gwanjuba nga tewali wabula nze: nze Mukama so
tewali mulala. Nze mumba omusana era ntonda 7
ekizikiza; ndeta emirembe era ntonda obubi; nze
Mukama akola ebyo byona.

Gwe egulu, tonyesa okuva wagulu, nebanga li- 8
'tulukuse obutukirivu: ensi eyasame, bagyemu
obulokozi, emeze obutukirivu wamu; nze Muka-
ma nagitonda.

Zimusanze oyo awakana Nomukoziwe! olugyo 9
mungyo ezensi! Ebumba lirigamba oyo alibumba
nti Okola ki? oba omulimugwo (guligamba) nti
Talina ngalo? Zimusanze oyo agamba kitawe nti 10
Ozala ki? oba omukazi nti Olumwa kuzala ki?
Bwatyo bwayogera Mukama, Omutukuvu wa Isi- 11
raeri era Omukoziwe, nti Mumbuze ebigambo ebi-
genda okuja; ebya batabani bange, nebyomulimu
gwengalo zange mundagire. Nakola ensi nento- 12
ndera abantu muyo: nze, engalo zange, nabamba
egulu, negye lyalyo lyona nze naliragira. 'Mugo- 13
lokose'za mu butukirivu, era ndigolola amakuboge
gona: alizimba ekibuga kyange, era alitera dala
abange abāgobebwa, si lwa muwendo so si lwa
mpera, bwayogera Mukama owegye.

Bwatyo bwayogera Mukama nti Omulimu Gwe- 14
misiri nobuguzi Bwekusi Nabasabea, abasaja aba-
wanvu, balikusenga nebaba babo; balikugoberera;
nga bali mu masamba balisenga: era balikuvuna-
mira balikwegairira (nga bogera) nti Mazima Kato-
nda ali mugwe; so tewali mulala, tewali Katonda.
Mazima gwe Katonda eyekweka, gwe Katonda wa 15
Isiraeri, Omulokozi. Balikwatibwa ensonyi, wewa- 16
wo, baliswala, bona: baligendera wamu mu kuswa-
la abakola ebifananyi. (Naye) Isiraeri alirokolebwa 17
Mukama nobulokozi obutaligwawo: temulikwati-
bwa nsonyi temuliswala emirembe nemirembe.

Kubanga bwatyo bwayogera Mukama eyatonda 18
egulu; ye Katonda; eyabumba ensi nagikola; ye

yaginyuweza, yagitonda obutaba nsiko, yagibumba okutulwamu; nti Nze Mukama ; so tewali mulala.
19 Sayogerera mu kyama, mu kifo ekyomunsi eyekizikiza ; sagamba zade lya Yakobo nti Mu'nonyeze bwerere : nze Mukama njogera butukirivu, mbu-
20 lira ebigambo bya nsonga. Mwekung'anye muje ; musembere wamu, mwe abawonye ku mawanga : tebalina magezi abasitula omuti ogwekifananyi kyabwe ekyole nebegairira katonda atainza kulo-
21 kola. Mubulire mwolese ; wewawo, batese wamu : ani eyalanga ekyo okuva mu biro ebyeda ? ani eyakibulira okuva eda ? sinze Mukama ? so tewali Katonda mulala wabula nze ; Katonda omutukirivu era omulokozi ; tewali mulala wabula nze.
22 Mutunulire nze, mulokoke, mwe enkomerero zona ezensi : kubanga nze Katonda so siwali mulala.
23 Neraide mwene, ekigambo kivude mu kamwa kange mu butukirivu so tekirikomawo, nga nze buli vivi lirinfukamirira, buli lulimi luliraira nze.
24 Walibawo aling'amba nti Mu Mukama mwoka mwe muli obutukirivu namanyi : eri oyo abantu gyebalija, nabo bona abāmusunguwalira balikwa-
25 tibwa ensonyi. Mu Mukama ezade lyona erya Isiraeri mweririwerwa obutukirivu era mweriryenyumiriza.

46

1 Beri avunama, Nebo akutama ; ebifananyi biri ku nsolo ne ku bisibo : ebintu byemwatambuzatambuzanga bifuse omugugu, omutwalo eri (ensolo)
2 ekoye. Bakutama bavunama wamu ; tebainza kuwonya mugugu, naye bo be nyini bagenze mu kusibibwa.
3 Mumpulire, gwe enyumba ya Yakobo, nekitundu kyona ekifisewo ku nyumba ya Isiraeri, benawekanga nze okuva mu lubuto, benasitulanga
4 okuva munda : nokutusa ku bukade nze nzuyo: nokutusa kunvi nābasitulanga : nze nakola era

nze nāwekanga; wewawo, nāsitulanga era nāwonyanga. Ani gwemulinfananya era gwemulinenkanya era gwemulingererako tufanane? Abagya ezabu nyingi mu nsawo nebapima efeza mu minzani, bagulirira omuwesi wa zabu nagifula katonda; bavunamira, wewawo, basinza. Bamukongoja ku kibegabega, bamusitula nebamusimba mu kifokye naimirira; mu kifokye talisegukawo: wewawo, walibawo alimukabirira, naye tainza kwanukula newakubade okumuwonya mu nakuze.

Mujukire ekyo, mwerage obusaja: mukijukire nate, mwe abononyi. Mujukire ebigambo ebyasoka ebyeda: kubanga nze Katonda so tewali mulala; (nze) Katonda so tewali anfanana; alanga enkomerero okuva ku luberyeberye, nebigambo ebitanakolebwa okuva ku biro ebyeda; ayogera nti Okutesa kwange kulinyuwera era ndikola byenjagala byona: aita enyonyi eyamadu okuva ebuvanjuba, omusaja owokutesa kwange okuva munsi eyewala; wewawo, nayogera, nokutukiriza ndikitukiriza; natesa nokukola ndikikola. Mumpulirize, mwe abalina emitima emikakanyavu, abali ewala nobutukirivu: nsembeza obutukirivu bwange, tebuliba wala, nobulokozi bwange tebulirwawo; era nditeka obulokozi mu Sayuni kulwa Isiraeri ekitibwa kyange.

47

Serengeta otule mu nfufu, gwe omuwala wa Babuloni, atamanyi musaja; tula ku taka awatali ntebe ya bwakabaka, gwe omuwala Wabakalidaya: kubanga tebakyakuitanga nyanyali era mwekanasi. Dira emengo ose obuta: bikula ku maso, gyako ekirenge, bikula ku kugulu, oite mu miga. Obwererebwo bulibikuka, wewawo, ensonyizo zirirabika: ndiwalana egwanga so sirikiriza muntu yena. Omununuzi wafe, Mukama owegye lye linyalye, Omutukuvu wa Isiraeri. Tula

ngosirise, wegendere mu kizikiza, gwe omuwala Wabakalidaya: kubanga tebakyakuitanga Mu-
6 kyala wa mu bwakabaka. Nasunguwalira abantu bange, navumisa obusika bwange, nembawayo mu mukonogwo: tewabasasira na kamu; ku bakade
7 obatadeko ekikoligokyo kizito nyo. Noyogera nti Nabanga mukyala enaku zona: ebyo notobisa ku mwoyo so tewajukira nkomerero yabyo ya luvanyuma.
8 Kale no kakano wulira kino, gwaweredwa ejaliri okwesima, atula ngosīta, ayogera mu mutimagwo nti Wendi, so tewali mulala wabula nze; siritula nga munamwandu, so sirimanya kufirwa
9 bana: naye bino byombiriri birikujira mangu ku lunaku lumu, okufirwa abana nobunamwandu: birikujako mu kigero kyabyo ekiritukiride, obulogobwo newakubade nga bungi butya, nobusa-
10 wobwo newakubade nga busukiride obungi. Kubanga wesiga obubibwo; wayogera nti Siriko andaba; amagezigo nokumanyakwo bye bikukyami'za: noyogera mu mutimagwo nti Wendi, so
11 tewali mulala wabula nze. Obubi kyebuliva bukujako; tolimanya mambya yabwo: nakatāli kalikugwako; toliinza kukagyawo: nokuzika ku-
12 likujako mangwago kwotomanyiride. Imirira no nobusawobwo nobulogobwo obwainga obungi, obwakutenge'zanga okuva mu butobwo; obanga mpo'zi oliinza okugasa, obanga mpo'zi oliinza
13 okusobola. Abatesa nawe abāinga obungi bakukoye'za: abalaguza egulu, abalengera emunyenye, abalanga ebyemyezi baimirire no bakulokole mwe-
14 byo ebirikujako. Laba, baliba ngebisusunku; omuliro gulibokya; tebalyewonya mu buinza bwomuliro: teguliba lyanda lya kwota, newaku-
15 bade ekyoto ekyokutulako. Bwebityo bwebiriba gyoli ebyo ebyakutenge'zanga: abāgulananga nawe okuva mu butobwo balibulubuta buli muntu ku luwirwe ye; tewaliba wa kukulokola.

48

Muwulire kino, mwe enyumba ya Yakobo, 1
abatumibwa erinya lya Isiraeri era abavude mu
ma'zi ga Yuda; abalaira erinya lya Mukama, era
abogera ku Katonda wa Isiraeri, naye si mu
mazima so si mu butukirivu. Kubanga beita ba 2
mu kibuga kitukuvu, era besigama ku Katonda
wa Isiraeri; Mukama owegye lye linyalye. Nabu- 3
lira ebigambo ebyasoka okuva eda; wewawo,
byava mu kamwa kange nembiranga: nabikola
mangu nebitukirira. Kubanga namanya ngoli 4
mukakanyavu, nensingoyo kinywa kya kyuma,
nekyenyikyo kikomo; kyenava nkukibuliraokuva 5
eda; nga tekinatukirira nakiranga gyoli: oleme
okwogera nti Ekifananyi kyange kye kibikoze,
nekifananyi kyange ekyole nekifananyi kyange
ekisanuse bye bibiragide. Wakiwulira; laba bino 6
byona; namwe temulikibulira? Nkulaze ebi-
gambo ebigya okuva mu biro bino, ebigambo
ebyakwekebwa, byotomanyanga. Bitondedwa ka- 7
kano so si kuva da; era okusoka olwa lero tobiwu-
liranga; oleme okwogera nti Laba, nali mbimanyi.
Wewawo, towuliranga; wewawo, tomanyanga; 8
wewawo, obweda bwona okutukwo tekugukanga:
kubanga namanya nga walyazamanya nyo, era
waitibwa musobya okuva mu lubuto. Olwerinya 9
lyange ndyosawo obusungu bwange, nolwetendo
lyange ndizibikiriza gyoli neme okukuzikiriza.
Laba, nkulongose'za naye si nga feza; nkulondede 10
mu kikomi kwe kubonyabonyezebwa. Kulwange 11
nze, kulwange nze kyendiva nkikola; kubanga
(erinya lyange) bandirivumye batya? nekitibwa
kyange sirikiwa mulala.

Mpuliriza, gwe Yakobo, ne Isiraeri gwenaita: 12
nze nzuyo; nze woluberyeberye, era nze wenko-
merero. Wewawo, omukono gwange gwe gwa- 13
tekawo omusingi gwensi, nomukono gwange

ogwadyo gwe gwabamba egulu: bwembiita nebii-
14 mirira wamu. Mwekung'anye, mwe mwena, mu-
wulire; ani kubo eyali abulide ebyo? Mukama
yamwagala: alikola Babuloni byayagala, nemu-
15 konogwe (guliba ku) Bakalidaya. Nze, nze
mwene, njogede; wewawo, 'muise; 'mulese, era
16 olugendolwe alirulabisa omukisa. Munsemberere,
muwulire kino; okuva ku luberyeberye sogere-
ranga mu kyama; kasokede kibawo, nga wendi:
era kakano Mukama Katonda antumye nomwo-
17 yogwe. Bwatyo bwayogera Mukama, omununu-
ziwo, Omutukuvu wa Isiraeri, nti Nze Mukama
Katondawo, akuigiriza okugasa, akukulembera mu
18 kubo lyoba oitamu. Singa wawulira amateka
gange! awo emirembegyo gyandibade ngomuga,
19 nobutukirivubwo ngamayengo genyanja: era
nezaderyo lyandibade ngomusenyu, nabendayo
ngempeke zagwo: erinyalye teryandisangulidwa
so teryandizikiride mu maso gange.
20 Mufulume mu Babuloni, muduke Abakalidaya;
mubulire mwogere kino mukirange nokutusa
enkomerero yensi nedobozi eryokuimba: mwogere
21 nti Mukama anunude omuwerezawe Yakobo. So
tebālumwa nyonta bweyabaisa mu nkola: yaba-
kulukusiza ama'zi mu lwazi: era yayasa nolwazi,
22 ama'zi negatirika. Tewali mirembe eri ababi,
bwayogera Mukama.

49

1 Mumpulirize, mwe ebizinga; era mutegereze,
mwe amawanga, nga muima wala: Mukama
yampita okuva mu lubuto; okuva munda ya
2 mange yayatula erinya lyange: era akamwa kange
akafananyi'za ngekitala ekyobwogi, mu kisikirize
kyomukonogwe mwankwese; era anfude akasale
akazigule, mu mufukogwe mwankumide dala:
3 era yangamba nti Gwe muwereza wange; Isiraeri

gwendiwerwamu ekitibwa. Naye nenjogera nti 4
Nateganira bwerere, amanyi gange gāfa busa, gāfa
bwerere: naye mazima omusango gwange guli ne
Mukama, nempera yange (eri) ne Katonda wange.
Era kakano ayogera Mukama eyamumba okuva 5
mu lubuto okuba omuwerezawe, okumukomezawo
nate Yakobo era Isiraeri akung'anyizibwe gyali:
[kubanga ndi wa kitibwa mu maso ga Mukama,
era Katonda wange afuse amanyi gange:] wewawo, 6
ayogera nti Ekigambo kyainga obwangu gwe
okuba omuwereza wange okugolokosa ebika bya
Yakobo nokulokola abawonye ku Isiraeri: era
ndikuwayo okuba omusana eri abamawanga,
obere obulokozi bwange okutusa ku nkomerero
yensi. Bwatyo bwayogera Mukama, omununuzi 7
wa Isiraeri, (era) Omutukuvuwe, ngagamba oyo
abantu gwebanyoma, oyo egwanga gwerikyawa,
omuwereza wabafuga, nti Bakabaka baliraba
nebagolokoka; abalangira (baligolokoka) neba-
sinza; kulwa Mukama omwesigwa, Omutukuvu
wa Isiraeri eyakulonda. Bwatyo bwayogera 8
Mukama nti Nkwanukulide mu biro ebyoku-
kirizibwamu, era nkubede ku lunaku olwokulo-
kokeramu: era ndikuwonya nenkuwayo okuba
endagano eri abantu, okugolokosa ensi, okubasisa
obusika obwazika; ngobulira abo abasibibwa nti 9
Mufulume; abo abali mu kizikiza nti Mwerage.
Balirīra mu makubo, ne ku nsozi zona ezobweru
kwe kuliba amalundiro gabwe. Tebalirumwa 10
njala newakubade enyonta; so nolubugumu teru-
libakwata newakubade omusana: kubanga oyo
abasasira alibakulembera, era awali enzi'zi zama'zi
gyalibatwala. Era ndifula ensozi zange zona 11
okuba ekubo, nengudo zange zirigulumizibwa.
Laba, bano baliva wala: era, laba, bano (baliva) 12
ebukika obwa kono nebugwanjuba; era bano
munsi Yesinimu. Imba, gwe egulu; era sanyuka, 13
gwe ensi; era mubaguke okuimba, mwe ensozi:

kubanga Mukama asanyusi'za abantube, era alisasira ababe ababonyabonyezebwa.

14 Naye Sayuni nayogera nti Mukama andese, era
15 Mukama anerabide. Omukazi ainza okwerabira omwanawe ayonka, obutasasira mwana wa ndaye? wewawo, abo bainza okwerabira, era sirikwera-
16 bira gwe. Laba, nkuyoze ku bibatu byemikono gyange; ebisengebyo biri mu maso gange bulijo.
17 Abanabo banguwa; abākuzikiriza nabākuzisa
18 balikuvamu. Imusa amasogo enjuwi zona olabe: abo bona bekung'anya wamu nebaja gyoli. Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama, tolirema kubambala bona ngekyobuyonjo, nobesiba ngo-
19 mugole. Kubanga ebifobyo ebyazika ebyalekebwawo nensiyo eyazikirizibwa, mazima kakano olibaingirira obufunda abatulamu, nabo abāku-
20 lyanga baliba wala. Abana abokufirwakwo balyogerera mu matugo nti Ekifo kinyingiride obu-
21 funda: mpa ebanga ntule. Nolyoka oyogerera mu mutimagwo nti Ani eyanzalira bano, kubanga nafirwa abana bange, era ndi omu, eyagobebwa, era abulubuta eruwi neruwi? era ani eyalera bano? Laba, nasigala omu; bano, bāli baliru-dawa?

22 Bwatyo bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndigololera amawanga omukono gwange, nensimbira abantu ebendera yange: awo balireta batabanibo mu kifuba kyabwe, ne bawalabo
23 balikongojerwa ku bibegabega byabwe. Era bakabaka baliba bakitawo abalera, ne bakadulabale babwe (baliba) banyoko abayonsa: balikuvunamira namaso gabwe wansi, nebakomba enfufu eyomubigerebyo; awo olimanya nga ndi Mukama, nabo abanindirira tebalikwatibwa nsonyi.
24 Omunyago guligyibwa ku bamānyi, oba aba-
25 wambibwa olwensonga balitebwa? Naye bwatyo bwayogera Mukama nti Nābo abamānyi bebāwamba baligyibwawo, nomunyago gwabentisa

gulitebwa: kubanga ndiyomba noyo ayomba nawe, era ndirokola abanabo. Era abo abakujoga ndi- 26
balisa enyama yabwe bo; era balitamira nomusai gwabwe bo, nga nomwenge omuwomerevu: nabalina omubiri bona balimanya nga nze Mukama ndi mulokoziwo, era omununuziwo, Owamānyi owa Yakobo.

50

Bwatyo bwayogera Mukama nti Ebaluwa eyo- 1
kugoba nyamwe erirudawa gyenamugobya? oba aliwa kwabo aba'manja gwenabaguza? Laba, olwobutali butukirivu bwamwe kyemwava mutundibwa, era okusobya kwamwe kwe kwagobya nyamwe. Bwenaja, kyewava walema okubawo 2
omuntu kiki? bwenaita, newatabawo eyandiitabye? Omukono gwange guimpawade na katono nokuinza negutainza kununula? oba sirina manyi na katono ga kuwonya? Laba olwokunenya kwange nkaliza enyanja, emiga ngifula edungu: ebyenyanja byamu nebiwunya, obutabawo ma'zi, nebifa enyonta. Nyambaza egulu obudugavu, 3
era ndibikako ebibukutu.

Mukama Katonda ampade olulimi lwabo abai- 4
girizibwa, ndyoke 'manye okugumya nebigambo oyo akoye: azukusa buli lukya, azukusa okutu kwange okuwulira ngabo abaigirizibwa. Muka- 5
ma Katonda agude okutu kwange, nesiba mujemu nesikyuka kuda nyuma. Nawayo amabega gange 6
eri abakuba, namatama gange eri abo abākunyula enviri: sakweka maso gange nsonyi na kuwanda malusu. Kubanga Mukama Katonda alimbera; 7
kyenava nema okuswala: kyenvude nteka amaso gange ngejinga eryembalebale, era 'manyi nga sirikwatibwa nsonyi. Ali kumpi ampesa obutu- 8
kirivu; ani aliyomba nange? tuimirire fembi: omulabe wange yani? ansemberere. Laba, Mu- 9
kama Katonda yalimbera; ani oyo alinsalira

omusango? laba, bona balikadiwa ngekyambalo; enyenje eribalira dala.

10 Ani kumwe atya Mukama, agondera edobozi lyomuwerezawe? atambulira mu kizikiza, nga talina musana, yesige erinya lya Mukama, era
11 yesigame ku Katondawe. Laba, mwe mwena abakuma omuliro, abesiba emimuli enjuwi zona: mutambulire mu nimi zomuliro gwamwe, ne mu mimuli gyemukoleze'za. Ekyo kyemuliwebwa mu mukono gwange; muligalamira nga munakuwade.

51

1 Mumpulirize, mwe abagoberera obutukirivu, mwe abanonya Mukama: mutunulire olwazi lwemwatemebwako, nekinya kyobuya kyemwa-
2 simibwamu. Tunulira Ibulaimu jaja wamwe ne Sala eyabazala: kubanga bweyali ali omu yeka
3 ne'muita nemuwa omukisa nemwaza. Kubanga Mukama asanyusi'za Sayuni: asanyusi'za ebifobye byona ebyazika nafula olukolalwe okuba nga Adeni nedungulye okuba ngolusuku lwa Mukama; esanyu nokujaguza birirabika omwo, okwebaza, nedobozi eryokuimba.

4 Mumpulirize, mwe abantu bange; era muntegere okutu, mwe egwanga lyange: kubanga eteka lirifuluma gyendi, era ndibesawo omusango gwa-
5 nge okuba omusana eri amawanga. Obutukirivu bwange buli kumpi, obulokozi bwange bufulumye, nemikono gyange girisalira amawanga emisango; ebizinga birinindirira, nomukono gwa-
6 nge gwebiryesiga. Muimuse amaso gamwe eri egulu, era mutunulire ensi wansi: kubanga egulu lirivawo ngomuka, nensi erikadiwa ngekyambalo, nabo abagitulamu balifa bwebatyo: naye obulokozi bwange buliberera enaku zona, so nobutukirivu bwange tebulijulukuka.

7 Mumpulirize, mwe abamanyi obutukirivu,

egwanga eririna amateka gange mu mutima gwa-
mwe, temutyanga kuvuma kwa bantu, so temu-
keng'entererwa lwa kuyomba kwabwe. Kubanga 8
enyenje eribalira dala ngekyambalo, nenkuyege
eribalya ngebyoya byendiga: naye obutukirivu
bwange buliberera enaku zona, nobulokozi bwange
okutusa emirembe gyona.

Zukuka, zukuka, yambala amanyi, gwe omu- 9
kono gwa Mukama; zukuka nga mu naku ezeda,
mu mirembe egyebiro ebyeda. Sigwe wuyo eya-
tematema Lakabu, eyafumita ogusota? Sigwe 10
wuyo eyakaliza enyanja, ama'zi agobuziba obu-
wanvu; eyafula obuziba bwenyanja okuba ekubo
abānunulibwa okusomokeramu? Nabo Mukama 11
beyagula balikomawo nebaja Esayuni nokuimba;
nesanyu eritaligwawo liriba ku mitwe gyabwe;
balifuna esanyu nokujaguza, enaku nokusinda
biridukira dala.

Nze, nze mwene, nze nzuyo abasanyusa: gwani 12
nokutya notya omuntu alifa, nomwana womuntu
alifuka ngomudo; newerabira Mukama Omuko- 13
niwo, eyabamba egulu, natekawo emisingi gyensi;
nozibya obude bulijo ngotya olwobukali bwomu-
jozi, bweyetekateka okuzikiriza? era bulirudawa
obukali bwomujozi? Eyawambibwa eyagobebwa 14
alitebwa mangu; so talifa (naka) mu kinya, so
nemereye teribula. Kubanga nze ndi Mukama 15
Katondawo asikusa enyanja amayengo gayo ne-
gawuluguma: Mukama owegye lye linyalye. Era 16
ntade ebigambo byange mu kamwako, era nku-
biseko mu kisikirize kyomukono gwange, ndyoke
nsimbe egulu nentekawo emisingi gyensi neng'a-
mba Sayuni nti Gwe bantu bange.

Zukuka, zukuka, imirira, gwe Yerusalemi, eya- 17
nywera mu mukono gwa Mukama ku ndeku
eyobukalibwe; wanywa ku kibya ekyendeku
eyokutaga'ta nokikutankira. Ku bana bona be- 18
yazala tekuli wa kumukulembera; so tekuli

amukwata ku mukono ku bana bona beyalera.
19 Bino byombi bikugudeko; ani alikukabirako?
okuzika nokuzikirira, nenjala nekitala; nakusa-
20 nyusa ntya? Batabanibo bazirise, bagalamira
mu ngudo zona wezisibuka, ngengabi mu kiti-
mba; bajude obukali bwa Mukama, okunenya
21 kwa Katondawo. Kale no kakano wulira kino,
gwabonyabonyezebwa, era atamide naye si na
22 mwenge: bwatyo bwayogera Mukamawo Mukama
era Katondawo awoza ensonga eyabantube, nti
Laba, nziye mu mukonogwo endeku eyokutaga'ta,
kye kibya ekyendeku eyobukali bwange; tokya-
23 kinywangako lwa kubiri: era ndikiteka mu mu-
kono gwabo abakubonyabonya; abāgamba obu-
lamubwo nti Kutama tuiteko: nawe notekawo
amabegago ngetaka era ngolugudo eri abo abaitako.

52

1 Zukuka, zukuka, yambala amanyigo, gwe Sa-
yuni; yambala ebyambalobyo ebyobuyonjo, gwe
Yerusalemi, ekíbuga ekitukuvu: kubanga okuva
lero temukyaingiranga mugwe nate atali muko-
2 mole natali mulongofu. Wekunkumule enfufu;
golokoka otule wansi, gwe Yerusalemi: wesumu-
lule enjegere ezomubulagobwo, gwe omuwala wa
Sayuni eyangagibwa.
3 Kubanga bwatyo bwayogera Mukama nti Mwa-
tundirwa bwerere; era mulinunulibwa awatali
4 feza. Kubanga bwatyo bwayogera Mukama Ka-
tonda nti Oluberyeberye abantu bange baserе-
ngeta Emisiri okutulayo: Omwasuli nabajoga
5 ngabalanga bwerere. Kale no kakano nkola ki
wano, bwayogera Mukama, kubanga abantu bange
batwalirwa bwerere? abo ababafuga bawowogana,
bwayogera Mukama, nerinya lyange bazibya obu-
6 de bulijo okulivuma. Abantu bange kyebaliva ba-
manya erinya lyange: kyebaliva (bamanya) ku lu-
naku luli nga nze nzuyo ayogera; laba, nze nzuno.

Nga birungi ku nsozi ebigere byoyo aleta 7
ebigambo ebirungi, alanga emirembe, aleta
ebigambo ebirungi ebyobulungi, alanga obulo-
kozi; agamba Sayuni nti Katondawo afuga!
Edobozi lyabasajabo abakuma! baimusa edobozi, 8
baimbira wamu; kubanga baliraba eriso neriso,
Mukama bwalikomawo Esayuni. Mubaguke oku- 9
sanyuka, muimbire wamu, mwe ebifo Ebyeyeru-
salemi ebyazika: kubanga Mukama asanyusi'za
abantube, anunude Yerusalemi. Mukama afungi- 10
zi'za omukonogwe omutukuvu mu maso gama-
wanga gona; nenkomerero zona ezensi ziriraba
obulokozi bwa Katonda wafe. Mugende, muge- 11
nde, muve omwo, temukomanga ku kintu kyona
ekitali kirongofu; muve wakati muye; mubere
balongofu, mwe abasitula ebintu bya Mukama.
Kubanga temulivamu nga mwanguiriza so temu- 12
ligenda nga muduka: kubanga Mukama alibaku-
lembera; era Katonda wa Isiraeri yalibasemba.
Laba, omuwereza wange alikola namagezi, ali- 13
imusibwa alisitulibwa, era aligulumira nyo. Nga- 14
bangi bwebakwewunya, [amasoge gayononeka
bwegatyo okusinga omuntu yena, nembalaye
okusinga abana babantu,] bwatyo bwalimansira 15
amawanga amangi; bakabaka balibuniza obumwa
bwabwe gyali: kubanga kyebatabulirwanga bali-
kiraba; nekyebatawuliranga balikitegera.

53

Ani akiri'za ebigambo byafe? era ani abikuli- 1
dwa omukono gwa Mukama? Kubanga yakulira 2
mu masoge ngekisimbe ekigonvu era ngekikolo
ekiva mu taka ekalu: talina mbala newakubade
obulungi; era bwetumulaba, nga tewali na kalu-
ngi akatumwegombesa. Yanyomebwa nagani- 3
bwa abantu; omuntu owenaku era eyamanyira
obuinike: era ngomuntu abantu gwebakweka

amaso gabwe bweyanyomebwa bwatyo netutamuitamu ka buntu.

4 Mazima yetika obuinike bwafe nasitula enaku zafe: naye twamulowoza nga yakubibwa yafumi-
5 tibwa Katonda nabonyabonyezebwa. Naye yafumitibwa olwokusobya kwafe, yabetentebwa olwobutali butukirivu bwafe: okubonerezebwa okwemirembe gyafe kwali kuye; era emigogye
6 gye gituwonya. Fe fena twawaba ngendiga; twakyamira buli muntu mu kubolye ye; era Mukama atade kuye obutali butukirivu bwafe fena.

7 Yajogebwa, naye neyetowaza natayasana kamwake; ngomwana wendiga atwalibwa okutibwa, era ngendiga esirika mu maso gabo abagisalako
8 ebyoya; wewawo, teyayasama kamwake. Yagyibwawo olwokujogebwa nomusango; nebyezaderye, ani (kubo) eyalowoza nga yazikirizibwa munsi eyabalamu? yakubibwa olwokusobya kwa-
9 bantu bange. Nebamuzikira wamu nababi era nabagaga mu kufakwe; newakubade nga tagiranga kyejo, songa temuli bukusa mu kamwake.

10 Naye Mukama yasima okumubetenta; amunakuwazi'za: bwofulanga obulamubwe okuba ekiwebwayo olwekibi, aliraba ezade, alyongera ku nakuze, nebyo Mukama byayagala biriraba omu-
11 kisa mu mukonogwe. Aliraba kwebyo ebiva mu kulumwa kwobulamubwe, (era) birimumala: olwokumumanya omuwereza wange omutukirivu aliwesa bangi obutukirivu: era alyetika obutali
12 butukirivu bwabwe. Kyendiva mugabira omugabo wamu nabakulu, era aligerekera omunyago wamu nabamānyi; kubanga yafuka obulamubwe okutusa ku kufa, nabalirwa wamu nabasobya: naye yetika ekibi kyabangi, era yawolereza abasobya.

54

Imba, gwe omugumba, atazalanga; baguka oku- 1
imba oyogerere wagulu, atalumwanga kuzala: ku-
banga abana boyo atalina ba bangi okusinga abana
bomukazi eyafumbirwa, bwayogera Mukama. Ga- 2
ziya ekifo ekyewemayo, era babambe amagigi
genyumbazo; tokwata mpola: wanvuya emi-
gwagyo, onyuweze enkondozo. Kubanga olyanjala 3
ku mukono ogwadyo ne ku gwa kono; nezaderyo
lirirya amawanga, era lirituza abantu mu bibuga
ebyalekebwayo. Totya; kubanga tolikwatibwa 4
nsonyi: so toswala; kubanga ensonyi tezirikukwata: kubanga olyerabira ensonyi ezomubutobwo, nekivume kyobunamwandubwo tolikijukira nate. Kubanga Omutonziwo ye balo; Mukama owegye 5
lye linyalye: era Omutukuvu wa Isiraeri ye mununuziwo; aliitibwa Katonda wa nsi zona. Ku- 6
banga Mukama akuise ngomukazi eyalekebwayo nomwoyogwe nga guliko obuinike, omukazi owomubuvubuka, bwagobebwa, bwayogera Katondawo. Akasera akatono nkulesewo; naye ndikukung'anya 7
nokusasira kungi. Obusungu obwanjala nga bu- 8
nkute nakukisa amaso gange akasera; naye ndikusasira nekisa ekitaligwawo, bwayogera Mukama omununuziwo. Kubanga ekyo kiri ngama'zi ga 9
Nuwa gyendi: kuba nga bwenalaira ngama'zi ga Nuwa tegakyayanjala kunsi, bwentyo bwenalaira nga sirikusunguwalira so sirikunenya. Kubanga 10
ensozi zirivawo nobusozi buligyibwawo; naye ekisa kyange tekirikuvako so nendagano yange eyemirembe terigyibwawo, bwayogera Mukama akusasira.

Gwabonyabonyezebwa, asukundibwa nomuyaga 11
so tosanyusibwa, laba, nditeka amainjago mu mabala amalungi, nensimba emisingigyo ne safiro. Ne- 12
bitikirobyo ndibikola namainja amatwakavu, nenzigizo ne kabunkulo, nensaloyo yona namainja agasanyusa. Nabanabo bona baliigirizibwa Mukama; 13

14 nemirembe gyabanabo giriba mingi. Mu butu-
kirivu mwoliima okunyuwezebwa: onobanga wala
nokujogebwa, kubanga tolitya; (onobanga) wala
15 nentisa, kubanga terikusemberera. Laba, mpo'zi
balikung'ana naye sinze ndibakung'anya: buli ali-
16 kukung'anirako aligwa kululwo. Laba, natonda
omuwesi afukuta omuliro gwamanda, nagyamu
ekintu ekikola omulimugwe; era natonda nomuzi-
17 kiriza okufafaganya. Tewaliba kya kulwanyisa
kyebaliwesa okulwana nawe ekiriraba omukisa;
era buli lulimi olulikugolokokerako okuwoza nawe
olirusinga. Obwo bwe busika obwabadu ba Mu-
kama, nobutukirivu bwabwe obuva gyendi, bwa-
yogera Mukama.

55

1 Mukale, buli muntu alumidwa enyonta, muje
eri ama'zi, noyo atalina bigula; muje mugule
mulye; wewawo, muje, mugule omwenge namata
2 awatali bigula awatali muwendo. Lwaki okuwayo
ebigula olwebyo ebitali bya kulya? lwaki okutega-
nira ebyo ebita'kutibwa? mumpulirire dala nze,
mulye ebirungi, obulamu bwamwe busanyukire
3 amasavu. Mutege amatu gamwe, muje gyendi;
muwulire, nobulamu bwamwe bunaba bulamu:
nange nālagana namwe endagano eterigwawo, kwe
4 kusasira kwa Daudi okwenkala'kalira. Laba,
muwadeyo okuba omujulirwa eri amawanga, omu-
5 kulu era omugabe eri amawanga. Laba, oliita
egwanga lyewali tomanyi, era egwanga eryali teri-
kumanyi liridukira gyoli, kulwa Mukama Kato-
ndawo ne Kulwomutukuvu wa Isiraeri; kubanga
yakugulumizi'za.

6 Munonye Mukama nga bwakyainzika okulabika,
7 mumukabirire nga bwakyali okumpi: omubi aleke
ekubolye, nomuntu atali mutukirivu (aleke) ebi-
rowozobye: era akomewo eri Mukama, naye ana-
musasira; ade eri Katonda wafe, kubanga anaso-

nyira dala nyo. Kubanga ebirowozo byange si 8
birowozo byamwe, so namakubo gamwe si makubo
gange, bwayogera Mukama. Kuba egulu nga 9
bwerisinga ensi obugulumivu, amakubo gange
bwegasinga bwegatyo amakubo gamwe, nebirowozo
byange ebirowozo byamwe. Kuba enkuba nga 10
bweka nomuzira okuva mu gulu, nebitadayo, naye
nebifukirira etaka, nebirimeza nebiribaza, nebiwa
omusizi ensigo nomuli ebyokulya; bwekityo bwe- 11
kinabanga ekigambo kyange ekiva mu kamwa
kange: tekirida gyendi nga kyerere, naye kirikola
ekyo kyenjagala, era kiriraba omukisa mwekyo
kyenakitumirira. Kubanga mulifuluma nesanyu, 12
mulitwalibwa nemirembe okuvayo: ensozi nobu-
sozi ziribaguka okuimba mu maso gamwe, nemiti
gyona egyokutale girikuba mu ngalo. Mu kifo 13
kyomweramanyo mulimera olusambya, ne mu
kifo kyomutovu mulimera omumwanyi: era kiriba
eri Mukama erinya, akabonero akataligwawo aka-
taligyibwawo.

56

Bwatyo bwayogera Mukama nti Mukwatenga 1
ebyensonga, mukolenga ebyobutukirivu: kubanga
obulokozi bwange bunatera okuja, nobutukirivu
bwange bunatera okubikulibwa. Alina omukisa 2
omuntu akola ekyo, nomwana womuntu akinyu-
weza; akwata sabiti obutagyonona, nakuma omuko-
nogwe obutakola bubi bwona. So nomunagwanga 3
eyegata ne Mukama tayogeranga nti Mukama tali-
rema kunjawula nabantube: so nomulawe tayoge-
ranga nti Laba, ndi muti mukalu. Kubanga bwa- 4
tyo bwayogera Mukama wabalawe abakwata sabiti
zange, neberoboza ebyo byensanyukira, nebanyu-
weza endagano yange, nti Abo bendiwa ekijukizo 5
nerinya erisinga eryabana abobulenzi nabobu-
wala mu nyumba ne munda webisenge byange;
ndibawa erinya eritaligwawo eritaligyibwawo.

6 Era nabanagwanga abegata ne Mukama, okumu-
werezanga nokwagalanga erinya lya Mukama,
okuba abadube, buli muntu akwata sabiti obuta-
7 gyonona, nanyuweza endagano yange; abo ndiba-
tusa ku lusozi lwange olutukuvu, nembasanyusa
mu nyumba yange eyokusabirangamu; ebyabwe
ebiwebwayo ebyokebwa nesadaka zabwe birikirizi-
bwa ku kyoto kyange: kubanga enyumba yange
eriitibwa nyumba ya kusabirangamu eri amawanga
8 gona. Mukama Katonda akung'anya aba Isiraeri
abagobebwa ayogera nti Oliba oli awo ne'muku-
ng'anyiza (nabalala), obutasako babe abakung'a-
nyizibwa.

9 Mwe mwena ensolo ezomunsiko, muje okulya,
10 mwe mwena ensolo ezomukibira. Abakumibe
bazibe ba maso, bona tebalina kumanya; bona
mbwa nsirusiru, tebainza kubo'gola; nga balota,
11 nga bagalamira, nga bagala okubongota. Wewawo,
embwa za mululu, teziinza kukuta enaku zona; ne
bano basumba abatainza kutegera: bona bakyamide
mu kubo lyabwe bo, buli muntu eri amagobage,
12 okuva mu njuwi zona. (Bogera nti) Muje, nākima
omwenge, netwekamirira ekitamiza; nolwenkya
luliba ngolwa lero, olukulu olutenkanikika.

57

1 Omutukirivu azikirira, so tewali akisako omwo-
yo; nabantu abekisa bagyibwawo, nga tewali alo-
woza ngomutukirivu agyibwa mu bubi (obugenda
2 okuja). Aingira mu mirembe; bawumulira ku
bitanda byabwe, buli muntu atambulira mu bugo-
lokofubwe.

3 Naye musembere wano, mwe batabani bomukazi
omulogo, ezade lyomwenzi nomukazi omutambuzi.
4 Muzanyira kwani? ani gwemukongōla nemumu-
somoza? temuli bana ba kusobya, zade lya buli-
5 mba, mwe aberetera okwegomba mu mivule, wansi
wa buli muti ogumera; aba'tira abana mu biwonvu

wansi wenjatika zenjazi? Mu (mainja) amawewevu 6
agomukiwonvu we wali omugabogwo; ago, ago
kye kitundukyo: ago gewafukira ekiwebwayo
ekyokunywa, gewawa ekirabo. Ndikakanyizibwa
ebyo nga bibadewo? Ku lusozi oluwanvu olugu- 7
lumivu kwewasimba ekitandakyo: era eyo gyewa-
linyanga okuwayo esadaka. Era wasimba ekiju- 8
kizokyo nyuma wenzigi nemifubeto: kubanga we-
bikulide omulala atali nze, era olinye; ogazii'za
ekitandakyo neweraganira endagano nabo; waya-
gala ekitanda kyabwe gyewakirabira. Nogenda 9
eri kabaka ngolina amafuta agomugavu, noyongera
kalifuwawo, notuma wala ababakabo, newetowaza
okutusa ne mu magombe. Olugendolwo lwainga 10
obunene nerukukoya; naye notoyogera nti Tewali
subi: walaba ekyaku'zamu amanyi; kyewava olema
okuzirika. Era ani gwewatya notekemuka no- 11
kulimba nolimba notonjijukira nze, so tokisanga
ku mwoyo? obweda sasirika busirisi, nawe noto-
ntya? Ndibulira obutukirivubwo, nebikolwabyo 12
nabyo tebirikugasa. Bwokaba, abo bewakung'anya 13
bakulokole; naye empewo eribatwala, omuka gu-
libagyirawo dala bona: naye oyo anesiga nze yalirya
ensi, era yalisikira olusozi olutukuvu. Era alyo- 14
gera nti Mugulumize, mugulumize, mulongose
ekubo, mugye enkonge mu kubo lyabantu bange.

Kubanga bwatyo bwayogera oyo ali wagulu omu- 15
gulumivu atula mu butaligwawo, erinyalye Mutu-
kuvu, nti Ntula mu kifo ekigulumivu ekitukuvu,
era wamu noyo alina omwoyo ogubonerede omuka-
kamu, okulamya omwoyo gwabakakamu, noku-
lamya omutima gwabo ababonerede. Kubanga 16
siriwakanira enaku zona, so sirisunguwalira emi-
rembe gyona: kubanga omwoyo gwandigweredewo
mu maso gange, nememe zenakola. Olwomulu- 17
lugwe ogutali gwa butukirivu kyenava nsungu-
wala nemukuba, nakweka (amaso gange) nensu-
nguwala: neyeyongera okugenda mu maso nga

18 bambāla mu kubo lyomutimagwe. Ndabye ama-
kuboge, era ndimuwonya: nokulung'amya ndi-
mulung'amya, ne'mudiza ebisanyusa ye nabo aba-
19 mukabirako. Nze ntonda ebibala ebyemimwa:
Emirembe, emirembe eri oyo ali ewala neri oyo ali
okumpi, bwayogera Mukama; nange ndimuwonya.
20 Naye ababi bali ng'anga enyanja esikuka; kuba-
nga teinza kuteka, nama'zi gayo gasikuka ebitosi
21 nebisasiro. Tewali mirembe, bwayogera Katonda
wange, eri ababi.

58

1 YOGERERA wagulu, tota, imusa edoboziryo nge-
kondere, obulire abantu bange okusobya kwabwe,
2 nenyumba ya Yakobo ebibi byabwe. Naye ba'no-
nya bulijo, era basanyuka okumanya amakubo
gange: ngegwanga eryakolanga ebyobutukirivu,
nebataleka kiragiro kya Katonda wabwe, bansaba
ebiragiro ebyobutukirivu, basanyuka okusemberera
3 Katonda. Lwaki fe okusība, (bwebogera,) nawe
notolaba? (lwaki) fe okubonyabonya obulamu
bwafe, nawe notokisako mwoyo? Laba, ku luna-
ku olwokusība kwamwe kwemulabira esanyu (lya-
mwe mwe), nemirimu gyamwe gyona nga mutute
4 namanyi. Laba, musībira enyombo nokuwakana,
nokukuba nekikonde ekyekyejo: temusība lero
bwemutyo nokuwuliza nemuwuliza edobozi lya-
5 mwe mu gulu. Okusība kwenalonda bwekufanana
bwekutyo? olunaku omuntu lwabonyezabonyezako
obulamubwe? Kwe kukutamya omutwe ngolulago,
nokwalira ebibukutu nevu wansiwe? ekyo kyonoita
6 okusība, era olunaku Mukama lwasima? Kuno
sikwe kusība kwenalonda? okusumulula ebisiba
ebyekyejo, okufundukulula emigwa egyekikoligo,
nokutera dala abajogebwa, era mumenye buli ki-
7 koligo? Si kugabira bayala emereyo, noleta abavu
abagobebwa mu nyumbayo? bwolabanga ali obwe-
8 rere nomwambaza; notekiza mubirigwo gwe? Awo

omusanagwo negulyoka gusala ngemambya, nokuwonakwo nekwanguwa okuja: nobutukirivubwo bulikukulembera; ekitibwa kya Mukama kye kirikusemba. Nolyoka oita Mukama naitaba; olikaba naye alyogera nti Nze nzuno. Bwonogya wakatiwo ekikoligo, okulaga olunwe, nokwogera obubi; nomugyirawo omuyala obulamubwo, no'kusa obulamu obubonyabonyezebwa; awo omusanagwo negulyoka guvirayo mu kizikiza, nekifukyo kiriba ngetuntu: era Mukama anakulung'amyanga enaku zona, na'kusa obulamubwo mu bifo ebikalu nanyuweza amagumbago; nawe oliba ngolusuku olufukirirwa ama'zi era ngolu'zi lwama'zi olutagwamu ma'zi. Nabo abalikuvamu balizimba ebifo ebyeda ebyazika: oli'za emisingi egyemirembe emingi; era oliitibwa nti Muzibi wa kituli, Mu'za wa makubo ga kutulamu. Bwonokyusa ekigerekyo okuva ku sabiti obutakolanga byoyagala gwe ku lunaku lwange olutukuvu; sabiti nogiita esanyu, (olunaku) lwa Mukama olutukuvu olwekitibwa; nogisangamu ekitibwa, nga tokwata makubogo gwe, songa tononya byoyagala gwe, songa toyogera bigambobyo (gwe): awo nolyoka osanyukira Mukama; nange ndikwebagaza ku bifo ebigulumivu ebyensi; era ndikulisa obusika bwa Yakobo kitawo: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogede.

9 10 11 12 13 14

59

Laba, omukono gwa Mukama teguimpawade nokuinza negutainza kulokola; so nokutukwe tekumu'gade nokuinza nekutainza kuwulira: naye obutali butukirivu bwamwe bwe bwawude mwe ne Katonda wamwe, nebibi byamwe bye bimukwese'za amaso, natayagala kuwulira. Kubanga emikono gyamwe gyononese nomusai nengalo zamwe nobutali butukirivu; emimwa gyamwe gyogede ebyobulimba, olulimi lwamwe luvulu-

1 2 3

4 ngutana ebyekyejo. Tewali awawaba ebyensonga
so tewali awoza ebyamazima: besiga obutalimu
nebogera ebyobulimba; baba mbuto za bubi ne-
5 bazala obutali butukirivu. Bālula amagi agesala-
mbwa nebaluka engoye eza nabubi: alya ku magi
gabwe afa, nekyo ekibetentebwa nekiwamatu-
6 kamu embalasasa. Engoye zabwe tezirifuka bya-
mbalo, so tebalyebika mirimu gyabwe: emirimu
gyabwe mirimu gya butali butukirivu, nekikolwa
7 ekyekyejo kiri mu ngalo zabwe. Ebigere byabwe
biduka mbiro okugoberera obubi, era banguya
okuyiwa omusai ogutaliko musango: ebirowozo
byabwe birowozo bya butali butukirivu; okuzika
8 nokuzikirizibwa kuba mu makubo gabwe. Ekubo
eryemirembe tebalimanyi; so mu magenda gabwe
temuli musango: bekubide amakubo amakyamu;
9 buli atambulira omwo tamanyi mirembe. Omu-
sango kyeguva gutubera ewala, so nobutukirivu
tebututukako: tusubira omusana, naye netulaba
kizikiza; (tusubira) okumasamasa, naye netuta-
10 mbulira mu kifu. Tuwamanta ekisenge ngabazibe
bamaso, wewawo, tuwamanta ngabo abatalina maso:
twesitala mu tuntu ngekiro; mwabo abalina amanyi
11 tuli ng'anga abafu. Fena tuwuluguma ngedubu,
netuwubala nyo nga bukamukukulu: tusubira
omusango naye nga tewali; tusubira obulokozi,
12 naye butuli wala. Kubanga okusobya kwafe
kweyongede mu masogo, nebibi byafe be bajulirwa
gyetuli: kubanga okusobya kwafe kuli nafe, nobu-
13 tali butukirivu bwafe nabwo tubumanyi: nga
tusobya era nga twegana Mukama, era nga tukyuka
obutagoberera Katonda wafe, nga twogera ebyo-
kujoga nebyokujema, nga tugunja ebigambo ebyo-
bulimba era nga tubyogera okuva mu mutima.
14 Nomusango gukyusibwa okuda enyuma, nobutu-
kirivu buimirira wala: kubanga amazima gagwi-
ride mu lugudo, so nobugolokofu tebuinza kuingira.
15 Wewawo, amazima gabuze; noyo ava mu bubi

yefula munyago: Mukama nakiraba nanyiga obutabawo musango. Nalaba nga tewali muntu, 16
neyewunya obutabawo muwolereza: omukonogwe
ye kyegwava gumuletera obulokozi; nobutukirivubwe bwe bwamuwanirira. Nayambala obutu- 17
kirivu ngekyomukifuba, nenkufira eyobulokozi
ku mutwegwe; nayambala engoye ezokuwalana
egwanga okuba ebyambalo, nayambazibwa obunyikivu ngomunagiro. Ngebikolwa byabwe bwe- 18
biriba, bwatyo bwalisasula, (alisasula) abamukyawa
ekiruwi, (alisasula) abalabebe empera; alisasula
ebizinga empera. Awo balitya erinya lya Mukama 19
okuva ebugwanjuba, nekitibwakye okuva ebuvanjuba: kubanga alija ngomuga ogukulukuta namānyi, ogutwalibwa nomuka gwa Mukama. Era 20
omununuzi alija Esayuni neri abo abakyuka okuva
mu kusobya mu Yakobo, bwayogera Mukama.
Nange eno ye ndagano yange (gyendagana) nabo, 21
bwayogera Mukama: omwoyo gwange oguli kugwe
nebigambo byange byentade mu kamwako tebiriva
mu kamwako newakubade mu kamwa kezaderyo newakubade mu kamwa kezade lyezaderyo, bwayogera
Mukama, okusoka kakano nemirembe nemirembe.

60

Golokoka, yaka; kubanga omusanagwo gutuse, 1
nekitibwa kya Mukama kikuvirideyo. Kubanga, 2
laba, ekizikiza kiribika kunsi nekizikiza ekikute
(kiribika) ku mawanga: naye Mukama alikuvirayo
nekitibwakye kirirabikira kugwe. Namawanga 3
galijira omusanagwo, ne bakabaka (balijira) okumasamasakwo ngovayo. Imusa amasogo omage- 4
mage olabe: bona bekung'anyiza wamu, baja gyoli:
batabanibo balija nga bava wala, ne bawalabo baliwekerwa ku mbirizi. Awo nolyoka olaba noya- 5
kirwa, nomutimagwo gulikankana negugaziizibwa;
kubanga obusu'kirivu obuli mu nyanja bulikyusibwa gyoli, obugaga obwamawanga bulikujira.

6 Olufulube lweng'amira lulikubikako, eng'amira
Ezemidiani ne Efa; bona balija nga bava Esyeba:
balireta ezabu nomugavu nebalangira amatendo ga
7 Mukama. Endiga zona za Kedali zirikung'anyi-
zibwa gyoli, endiga enume eza Nebayosi zirikuwereza: zinalinyanga ku kyoto kyange nezikirizibwa, era ndisamu ekitibwa enyumba eyekitibwa
8 kyange. Bano be bani ababuka ngekire era nga
9 bukamukukulu eri ebituli byabwo? Mazima ebizinga birinindirira, namato Agetalasisi ge galisoka, okuleta batabanibo okubagya wala, efeza yabwe nezabu yabwe wamu nabo, olwerinya lya Mukama Katondawo Nolwomutukuvu owa Isiraeri, ku-
10 banga ye yaku'si'zamu ekitibwa. Era banagwanga balizimba enkomerazo ne bakabaka babwe balikuwereza: kubanga nakukuba nga nkwatidwa busu-
11 ngu, naye nkusaside nga nkwatidwa kisa. Era nenzigizo zinabanga si nzigale bulijo; tezigalwengawo misana na kiro; abantu bakuleterenga obugaga obwamawanga ne bakabaka babwe nga
12 bawambe. Kubanga egwanga eryo nobwakabaka abatalikiriza kukuwereza baligwawo; wewawo,
13 amawanga ago galizikiririzibwa dala. Ekitibwa kya Lebanoni kirikujira, enfugo nomuyovu ne namukago wamu; okuwomya ekifo ekyawatukuvu wange, era ndifula ekifo ekyebigere byange okuba
14 ekyekitibwa. Nabana babo abākujoganga balija nga bakukutamira; nabo bona abākunyomanga balivunama wansi awali ebigerebyo; nebakuita kibuga kya Mukama, Sayuni Ekyomutukuvu owa
15 Isiraeri. Kubanga walekebwa nokyaibwa newataba muntu aita mugwe, ndikufula okuba obulungi obungi obutaligwawo, esanyu eryemirembe emingi.
16 Nokuyonka oliyonka amata agamawanga, era oliyonka amabere ga bakabaka: era olimanya nga nze Mukama ndi mulokoziwo era mununu-
17 ziwo, Owamanyi owa Yakobo. Mu kifo kyekikomo ndireta zabu ne mu kifo kyekyuma ndireta

feza, ne mu kifo kyomuti kikomo, ne mu kifo kyamainja kyuma: era ndifula abamibo okuba emirembe nabakusoloza okuba obutukirivu. Ekye- 18
jo tekiriwulirwa nate munsiyo, (newakubade) okuzika newakubade okuzikirira mu nsalozo; naye olitūma enkomerazo Bulokozi nenzigizo Kutendereza. Enjuba siyeriba nate musanagwo emisana; 19
so nomwezi sigwe gulikwakira olwokumasamasa: naye Mukama yalibera gyoli omusana ogutaligwawo, era Katondawo yaliba ekitibwakyo. Enju- 20
bayo terigwa nate lwa kubiri so nomwezigwo tegulyegendera: kubanga Mukama yaliba omusanagwo ogutaligwawo, nenaku ezokukungubagakwo ziriba nga ziwedewo. Era nabantubo baliba batuki- 21
rivu bona, balisikira ensi okutusa emirembe gyona; etabi nze lyenasimba, omulimu gwengalo zange ndyoke mpebwe ekitibwa. Omuto alifuka lukumi 22
nomutono alifuka gwanga lya manyi: nze Mukama ndikyanguya ebiro byakyo nga bituse.

61

Omwoyo gwa Mukama Katonda guli kunze; 1
kubanga Mukama anfuseko amafuta okubulira abawombefu ebigambo ebirungi; antumye okusiba abalina emitima egimenyese, okulangira abawambe edembe, nabasibe okugulirwawo (ekomera); oku- 2
langira omwaka gwa Mukama ogwokukiririzibwamu, nolunaku lwa Katonda wafe olwokuwalanirwamu egwanga; okusanyusa bona abanakuwade; okubatekerawo abanakuwalide mu Sayuni, 3
okubawa engule mu kifo kyevu, amafuta agokusanyuka mu kifo kyokunakuwala, ekyambalo ekyokutendereza mu kifo kyomwoyo ogwokukungubaga; balyoke baitibwe miti gya butukirivu, Mukama gyeyasimba, alyoke awebwe ekitibwa ye.
Awo balizimba ebyazika ebyeda, baliimusa ama- 4
tongo agasoka okubawo, era balidābiriza ebibuga ebyazika, amatongo agemirembe emingi. Era 5

banagwanga baliimirira nebalisa endiga zamwe, nabagenyi be banabalimiranga be banabalongose-
6 rezanga emizabibu. Naye mwe muliitibwa baka-bona ba Mukama: abantu balibaita bawereza ba Katonda wafe: mulirya obugaga obwamawanga, ne mu kitibwa kyabwe mwemulyenyumiriza.
7 Mu kifo kyensonyi zamwe (muliwebwa) emirundi ebiri; ne mu kifo kyokuswala balisanyukira omugabo gwabwe: kyebaliva babera nemirundi ebiri munsi yabwe: baliba nesanyu eritaligwawo.
8 Kubanga nze Mukama njagala omusango (ogwe-nsonga), nkyawa okunyaga wamu nobutali butu-kirivu; era ndibawa empera yabwe ngamazima bwegali, era ndiragana nabo endagano etaligwawo.
9 Nezade lyabwe lirimanyibwa mu mawanga, nenda yabwe mu bantu: bona abanabalabanga balibaki-riza ngabo lye zade Mukama lyawade omukisa.
10 Ndisanyukira nyo Mukama, ememe yange eri-sanyukira Katonda wange; kubanga anyambaziza ebyambalo ebyobulokozi, ambiseko omunagiro ogwobutukirivu, ngawasa omugole bweyeyonja nengule, era ngomugole bweyewomya nebyobuyo-
11 njobwe. Kuba ngetaka bwerisansuza ekimuli kyalyo, era ngolusuku bwerumeza ebyo ebisigibwa mulwo; bwatyo Mukama Katonda bwalimeza obutukirivu nokutendereza mu maso gamawanga gona.

62

1 Kulwa Sayuni kyendiva nema okusirika ne kulwa Yerusalemi kyendiva nema okuwumula, okutusa obutukirivubwe lwebulifuluma ngokuma-
2 samasa, nobulokozibwe ngetabaza eyaka. Awo amawanga galiraba obutukirivubwo, ne bakabaka bona ekitibwakyo: awo olitumibwa erinya erigya
3 akamwa ka Mukama lyekalituma. Era oliba ngule ya bulungi mu mukono gwa Mukama, ne-nkufira eyobwakabaka mu mukono gwa Kato-

ndawo. Toliitibwa nate lwa kubiri nti Alekedwa; so nensiyo teriitibwa nate nti Eyazika: naye oliitibwa nti Gwensanyukira nensiyo eriitibwa nti Eyafumbirwa: kubanga Mukama akusanyukira, nensiyo erifumbirwa. Kuba omulenzi nga bwawasa omuwala, bwebatyo batabanibo bwebalikuwasa: era ngawasa omugole bwasanyukira omugole, bwatyo Katondawo bwalikusanyukira.

Ntade abakumi ku bugwewo, gwe Yerusalemi; tebalisirika na katono misana nekiro: mwe abajukiza ba Mukama, temuwumulanga, so temumuganyanga kuwumula, okutusa lwalinyuweza nafula Yerusalemi okuba etendo munsi. Mukama alaide omukonogwe ogwadyo nomukono ogwamanyige nti Mazima siriwayo nate eng'anoyo okuba emere yabalabebo; so ne banagwanga tebalinywa mwengegwo gwewakolera emirimu: naye abāgikungula be baligirya nebatendereza Mukama; nabo abāgunoga be baligunywera mumpya ezomuwatukuvu wange.

Muite, muite mu nzigi; mulongose ekubo eryabantu; mugulumize mugulumize engudo; mulondemu amainja; muimusize amawanga ebendera. Laba, Mukama alangide enkomerero yensi nti Mumugambe omuwala wa Sayuni nti Laba, obulokozibwo buja; laba, emperaye eri naye nokusasulakwe kuli mu masoge. Era balibaita nti Bantu batukuvu, Banunule ba Mukama: nawe oliitibwa nti Eyanonyezebwa, Kibuga ekitalekebwa.

63

Ani ono ava mu Edomu, ngalina ebyambalo ebikakatike ngava Ebozera? ono alina engoye ezekitibwa, ngatambuza amanyige amangi? Nzayogeza obutukirivu, owamanyi okulokola. Oberede ki omumyufu mu byambalobyo engoyezo nezifanana oyo asambira mu sogolero? Nsambye esogolero omu nzeka; so ku mawanga tekwali

nomu eyali awamu nange: wewawo, nabasamba
mu busungu bwange nembalinyirira mu kiruwi
kyange; nomusai ogwobulamu bwabwe guma-
nsidwa ku byambalo byange era nyinyise engoye
4 zange zona. Kubanga olunaku olwokuwalani-
rwako egwanga lwali mu mutima gwange, no-
5 mwaka ogwabanunule bange gutuse. Ne'maga-
maga newataba wa kubera; nenewunya obutabawo
wa kuwanirira: omukono gwange nze kyegwava
gundetera obulokozi; nekiruwi kyange kye kya-
6 mpanirira. Nenyiririra amawanga wansi mu
busungu bwange, nembatamiza mu kiruwi kyange,
nenfuka ku taka omusai ogwobulamu bwabwe.
7 Nayogera ku (bikolwa) bya Mukama ebyekisa
ekingi namatendo ga Mukama, nga byona bwebiri
byatuwade Mukama; nobulungi obungi obuli eri
enyumba ya Isiraeri, bwabawade ngokusasirakwe
bwekuli era ngolufulube bweruli olwebikolwabye
8 ebyekisa ekingi. Kubanga yayogera nti Mazima be
bantu bange, abana abatalikusakusa: awo naba mu-
9 lokozi wabwe. Yabonyabonyezebwa mu kubonya-
bonyezebwa kwabwe kwona, ne malaika ali mu
masoge yabalokolanga: mu kwagalakwe ne mu
kusasirakwe yabanunula; nabasitula nabetikira
10 enaku zona ezeda. Naye nebajema nebanakuwaza
omwoyogwe omutukuvu: kyeyava akyuka okuba
11 omulabe wabwe, nalwana nabo ye ye nyini. Awo
nalyoka ajukira enaku ezeda, Musa nabantube, (nga-
yogera nti) Alirudawa oyo eyabalinyisa ngabagya
mu nyanja wamu nabasumba bendigaze? alirudawa oyo eyateka omwoyogwe omutukuvu wakati
12 mubo? eyatambuzanga omukonogwe ogwekitibwa
awali omukono ogwadyo ogwa Musa? eyayawu-
13 lamu ama'zi mu maso gabwe okwekolera erinya
eritaligwawo? eyabaisa mu buziba, ngembalasi mu
14 lukola, obutesitala? Ngente bweziba ezika mu
kiwonvu, omwoyo gwa Mukama gwabawumu-
zanga bwegutyo: bwewatwala bwotyo abantubo

okwekolera erinya eryekitibwa. Tunula ngoima 15
mu gulu, olabe ngoima mu nyumba eyobutuku-
vubwo nekitibwakyo: bulirudawa obunyikivubwo
nebikolwabyo ebyamanyi? okwagala kwememeyo
nokusasirakwo kuziizibwa gyendi. Kubanga gwe 16
Kitafe newakubade nga Ibulaimu tatumanyi so ne
Isiraeri nga tatukiriza: gwe, ai Mukama, gwe
Kitafe; omununuzi wafe okuva emirembe nemi-
rembe lye linyalyo. Ai Mukama, lwaki gwe 17
okutukyamya mu makubogo nokakanyaza omu-
tima gwafe obutakutya? Komawo kulwabadubo,
ebika ebyobusikabwo. Abantubo abatukuvu bā- 18
bulīra akasera obusera: abalabe bafe balinyiride
awatukuvuwo. Tufuse ngābo botofuganga; ngābo 19
abatatumibwanga linyalyo. Singa oyuzi'za egulu, **64**
singa o'se ensozi nezikulukuta olwokujakwo; ngo- 2
muliro bwegukwata ebisaka, ngomuliro bwegwe-
seza ama'zi: okutegeza abalabebo erinyalyo, ama-
wanga gakankanire okujakwo! Bwewakola ebye- 3
ntisa byetutasubiranga, wa'ka, ensozi nezikulu-
kuta olwokujakwo. Kubanga obweda abantu 4
tebawuliranga so nokutu tekubategezanga so neriso
terirabanga Katonda wabula gwe akolera omulimu
oyo amulindirira. Osisinkana noyo asanyuka 5
nakola ebyobutukirivu, abo abakujukira mu ma-
kubogo: laba, wasunguwala nafe netwonona:
obweda (twabera) mwebyo, nokulokoka tulirokoka?
Kubanga fena tufuse ngatali mulongofu, nebi- 6
kolwa byafe byona ebyobutukirivu biri ng'ang'a
ekyambalo ekikongede: era fena tuwotoka ngo-
lulagala; nobutali butukirivu bwafe bututwalira
dala ngempewo. So tewali asaba linyalyo, eye- 7
kakabiriza okukukwatako: kubanga otukisi'za
amasogo notumalawo olwobutali butukirivu bwafe.
Naye kakano, ai Mukama, gwe kitafe; fe tuli 8
bumba, nawe mubumbi wafe; nafe fena tuli
mulimu gwa mukonogwo. Tosunguwala nyo 9
nyini, ai Mukama, so tojukira butali butukirivu

enaku zona: laba, tunula, tukwegairide, fe fena
10 tuli bantubo. Ebibugabyo ebitukuvu bifuse
dungu, Sayuni kifuse dungu, Yerusalemi matongo.
11 Enyumba yafe entukuvu enungi, bajaja bafe
mwebakutendererezanga, eyokedwa omuliro; ne-
bintu byafe byona ebyokwesima bifafaganye.
12 Olizibikiriza ebyo nga bimaze okubawo, ai Mu-
kama? olisirika notubonyabonya nyo nyini?

65

1 Mbuzibwako abo abatambuzangako; ndabidwa
abo abata'nonyanga: nagamba nti Ndaba, ndaba,
2 eri egwanga eritatumibwanga linya lyange. Ngo-
lolede emikono gyange okuzibya obude abantu
abajemu abatambulira mu kubo eritali dungi, oku-
3 goberera ebirowozo byabwe bo; abantu abansungu-
waza mu maso gange olutata, nga basalira sadaka
mu nsuku, era nga botereza obubane ku matofali;
4 abatula mu malalo, abasula mu bifo ebyekyama;
abalya enyama yembi'zi nama'zi agemizizo gali
5 mu bibya byabwe; abogera nti Imirira weka, to-
nsemberera nze kubanga nze nkusinga obutukuvu:
abo gwe muka mu nyindo yange, omuliro ogwaka
6 okuzibya obude. Laba, kiwandikidwa mu maso
gange: sirisirika, naye ndisasula, wewawo, ndisa-
7 sula mu kifuba kyabwe obutali butukirivu bwa-
mwe mwe nobutali butukirivu bwa bajaja bamwe
wamu, bwayogera Mukama, abayoterezanga obu-
bane ku nsozi nebanvolera ku busozi: kyendiva
nsoka okugera omulimu gwabwe mu kifuba kya-
bwe.
8 Bwati bwayogera Mukama nti Ngomwenge
omusu bwegulabikira mu kirimba, newabawo ayo-
gera nti Tokizikiriza kubanga mulimu omukisa:
bwentyo bwendikola kulwabadu bange neme oku-
9 bazikiriza bona. Era ndigya e'zade mu Yakobo
ne mu Yuda (ndigyamu) alisikira ensozi zange:
nabalonde bange baligisikira nabadu bange bali-

tula omwo. Awo Saloni kiriba kisibo kya ndiga, 10
nekiwonvu kya Akola (kiriba) kifo ente wezigala-
mira, olwabantu bange aba'nonye'za. Naye mwe 11
abaleka Mukama, aberabira olusozi lwange olutu-
kuvu, abategekera Mukisa emeza, abajuliza Kute-
kawo omwenge omutabule; nze ndibatekerawo 12
ekitala, namwe mwena mulikutama oku'tibwa:
kubanga bwenaita temwaitaba; bwenayogera te-
mwawulira; naye nemukola ekyali ekibi mu maso
gange nemulonda ekyo kyesasanyukira.

Kyava ayogera bwati Mukama Katonda nti 13
Laba, abadu bange balirya, naye mwe mulirumwa
njala: laba, abadu bange 'balinywa, naye mwe
mulirumwa nyonta: laba, abadu bange balisa-
nyuka, naye mwe muliswala: laba, abadu bange 14
baliimba omutima gwabwe nga gusanyuse, naye
mwe mulikaba omutima gwamwe nga gunakuwade
nemuwowogana omwoyo gwamwe nga gulumidwa.
Era mulirekera abalonde bange erinya lyamwe 15
okuba ekikolimo, era Mukama Katonda aliku'ta;
natuma abadube erinya edala: eyesabira omukisa 16
munsi kyanavanga yesabira omukisa eri Katonda
owamazima; noyo alaira munsi analairanga Ka-
tonda owamazima; kubanga obuinike obwasoka
bwerabidwa, era kubanga bukwekedwa amaso gange.
Kubanga, laba, ntonda egulu erigya nensi empya: 17
so ebintu ebyasoka tebirijukirwa so tebiriingira
mu mwoyo. Naye musanyuke mujagulize enaku 18
zona ekyo kyentonda: kubanga, laba ntonda
Yerusalemi okuba okusanyuka, nabantu bamu
okuba esanyu. Era ndisanyukira Yerusalemi 19
nenjaguliza abantu bange: so nedobozi eryoku-
kaba nga terikyawulirwa omwo nate newakubade
edobozi eryokulira. Temukyavangamu mwana 20
wa naku bunaku, newakubade omukade atanatusa
nakuze: kubanga omwana alifa nga yakamaze
emyaka kikumi, nalina ebibi nga yakamaze
emyaka kikumi alikolimirwa. Era balizimba 21

enyumba nebasulamu; era balisimba ensuku eze-
22 mizabibu nebalya ebibala byamu. Tebalizimba omulala nasulamu; tebalisimba omulala nalya: kubanga ngenaku ezomuti bweziba bwezityo bweziriba enaku ezabantu bange, nabalonde bange balirwawo nga balya omulimu ogwengalo zabwe.
23 Tebalikolera bwerere mirimu so tebalizala ba kulaba naku; kubanga lye zade lyabo abawebwa Mukama omukisa, nenda yabwe wamu nabo.
24 Awo olulituka nga tebanaba kuita ndiitaba; era
25 nga bakyayogera ndiwulira. Omusege nomwana wendiga biririra wamu, nempologoma erirya omudo ngente: nenfufu yeriba emere eyomusota. Tebiriruma so tebirizikiririza ku lusozi lwange lwona olutukuvu, bwayogera Mukama.

66

1 Bwati bwayogera Mukama nti Egulu ye ntebe yange, nensi ye ntebe yebigere byange: nyumba ki gyemulinzimbira? era kifo ki ekiriba ekiwu-
2 mulo kyange? Kubanga bino byona omukono gwange gwe gwabikola, era ebyo byona nebibawo bwebityo, bwayogera Mukama: naye omwavu era alina omwoyo ogubonerede era akankanira eki-
3 gambo kyange, ye wuyo gwenditunulira. Asala ente ali ng'anga a'ta omuntu; awayo omwana wendiga (ali) ng'anga amenyako embwa obulago; aleta ekiwebwayo (ali ng'anga aleta) omusai gwembi'zi; ayoteza omugavu ngoyo asabira ekifananyi omukisa: wewawo, balonze amakubo gabwe bo,
4 nememe yabwe esanyukira emizizo gyabwe; era nange ndironda ebibalimbalimba, nembaletako ebyo byebatya; kubanga bwenaita newataba muntu eyaitaba; bwenayogera tebawulira: naye nebakola ekyali ekibi mu maso gange, nebalonda ekyo kyesasanyukira.
5 Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe abakankanira ekigambokye: nti Baganda bamwe aba-

bakyawa, ababagoba okubalanga erinya lyange, bogede nti Mukama awebwe ekitibwa tulyoke tulabe esanyu lyamwe; naye balikwatibwa ensonyi.
Edobozi eryokuyogana eriva mu kibuga, edobozi 6
eriva mu yekalu, edobozi lya Mukama asasula abalabebe empera. Yali nga tanalumwa nazala; 7
obubalagazebwe bwali nga tebunatuka nazala omwana wa bulenzi. Ani eyali awulide ekigambo 8
ekifanana bwekityo? ani eyali alabye ebigambo ebifanana bwebityo? Ensi erizalwa ku lunaku lumu? egwanga liriva mu lubuto mulundi gumu? kubanga Sayuni yali nga kyaje alumwe nazala abanabe. Nditusa okuzalwa nesizaza? bwayo- 9
gera Mukama: nze azaza ndi'gala (olubuto)? bwayogera Katondawo.

Musanyukire wamu ne Yerusalemi, mujaguze 10
kululwe, mwe mwena abamwagala: musanyukire wamu naye olwesanyu, mwe mwena abamukabirira: mulyoke muyonke mukute amaberege aga- 11
sanyusa; mulamule mumalemu musanyukire ekitibwakye ekisukirivu. Kubanga bwati bwayo- 12
gera Mukama nti Laba, ndibunya emirembe gyali ngomuga, nekitibwa kyamawanga ngomuga ogwanjala, namwe muliyonkako; muliwekerwa ku mbirizi, era mulibusibwabusibwa ku mavivi.
Ngomuntu nyina gwasanyusa, bwentyo bwendi- 13
sanyusa mwe; nemusanyusibwa mu Yerusalemi.
Era mulikiraba nomutima gwamwe gulijaguza na- 14
magumba gamwe galyera ngomudo omugonvu: nomukono gwa Mukama gulimanyibwa eri abadube, era alisunguwalira abalabebe. Kubanga, 15
laba, Mukama alija nomuliro, namagalige galiba ngempewo eyakazimu; okusasula obusungubwe nekiruwi, nokunenyakwe nenimi ezomuliro. Ku- 16
banga Mukama aliwoza na muliro era na kitalakye eri bona abalina omubiri: era Mukama bali'ta baliba bangi.
Abo abetukuza neberongosa 17
(okugenda) mu nsuku, enyuma womu ali wakati,

nga balya enyama yembi'zi nekyomuzizo ekyo nomusonso; baligwerawo wamu, bwayogera Mu-
18 kama. Kubanga nze (manyi) emirimu gyabwe nebirowozo byabwe: (ebiro) bija lwendikung'anya amawanga gona nenimi; awo balija nebalaba eki-
19 tibwa kyange. Era nditeka akabonero mubo, nabo abawona kubo ndibatuma mu mawanga, eri Talasisi, Puli ne Luda, abalēga omutego, eri Tubali ne Yavani, mu bizinga ebiri ewala, abatawuliranga tutumo lyange, so tebalabanga kitibwa kyange; awo balibulira amawanga eki-
20 tibwa kyange. Awo balireta baganda bamwe bona nga babagya mu mawanga gona okuba ekiwebwayo eri Mukama, ku mbalasi ne mu magali ne ku nyinyo ne ku nyumbu ne ku nsolo ezembiro, awali olusozi lwange olutukuvu Yerusalemi, bwayogera Mukama, ngabana ba Isiraeri bwebaleta ekyo kyebawayo mu kintu ekirongofu
21 mu nyumba ya Mukama. Era nditwala ne kubo okuba bakabona Nabalevi, bwayogera Mukama.
22 Kubanga egulu erigya nensi empya byendikola bwebirisigala mu maso gange, bwayogera Mukama, bwebityo bwebirisigala ezade lyamwe nerinya lya-
23 mwe. Awo olulituka, okuva ku mwezi okutusa ku mwezi, nokuva ku sabiti okutusa ku sabiti, bona abalina omubiri banajanga okusinziza mu
24 maso gange, bwayogera Mukama. Awo balifuluma nebatunulira emirambo gyabasaja abansobe'zako: kubanga envunyu yabwe terifa, so nomuliro gwabwe tegulizikizibwa; era baliba kyenyinyalwa eri bona abalina omubiri.

EKITABO

KYA

NABI YEREMIYA.

1

EBIGAMBO bya Yeremiya mutabani wa Kirikiya owokubakabona abali mu Anasosi munsi ya Benyamini : eyajirwa ekigambo kya Mukama mu mirembe gya Yosiya mutabani wa Amoni, kabaka wa Yuda, mu mwaka ogwekumi nesatu ogwokufugakwe. Era kyajira ne mu mirembe gya Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda, okutusa ku nkomerero yomwaka ogwekumi nogumu ogwa Zedekiya mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda : okutusa Abeyerusalemi lwebatwalibwa nga basibe mu mwezi ogwokutano.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nti Bwenali nga sinakubumba mu lubuto nakumanya, era nga tonava mu lubuto nakutukuza ; nkutadewo okuba nabi eri amawanga. Awo nze nendyoka njogera nti Wowe, Mukama Katonda ! laba, siinza kwogera : kubanga ndi mwana muto. Naye Mukama nangamba nti Toyogera nti Ndi mwana muto : kubanga eri bona gyenakutumanga gyonogendanga, era kyona kyenakulagiranga kyonoyogeranga. Tobatyanga : kubanga nze ndi wamu nawe okukuwonya, bwayo-

9 gera Mukama. Awo Mukama nagolola omuko-
nogwe nakoma ku kamwa kange; Mukama
nangamba nti Laba, ntade ebigambo byange mu
10 kamwako: laba, lero nkutadewo okuba omukulu
wamawanga era owamatwale ga bakabaka, oku-
simbula nokumenya nokuzikiriza nokusula;
okuzimba nokusimba.
11 Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira
nga kyogera nti Yeremiya, olaba ki? Nenjogera
12 nti Ndaba omugo ogwomulozi. Awo Mukama
nangamba nti Olabye bulungi: kubanga nda-
13 birira ekigambo kyange okukitukiriza. Awo
ekigambo kya Mukama nekinjijira emulundi
ogwokubiri nga kyogera nti Olaba ki? Nenjo-
gera nti Ndaba entamu eyesera; namaso gayo
14 gaima ebukika obwa kono. Awo Mukama
nangamba nti Okuima ebukika obwa kono
15 obubi bulifubutukira ku bona abali munsi. Ku-
banga, laba, ndiita ebika byona ebyamatwale ga
bakabaka bebukika obwa kono, bwayogera Muka-
ma; era balija nebasimba buli muntu entebeye
awaingirirwa mu mizigo gya Yerusalemi nokwole-
kera bugwe wayo yena enjuwi zona nokwole-
16 kera ebibuga byona ebya Yuda. Era ndyatula
emisango gyange eri bo olwobubi bwabwe
bwona; kubanga bandese neboteza obubane eri
bakatonda abalala, nebasinza emirimu egyengalo
17 zabwe bo. Kale no wesibe ekimyu oimuke oba-
gambe byona byenkulagira: tokengentererwanga
eri bo, neme okukukengenterera mu maso gabwe.
18 Kubanga, laba, nkufude lero ekibuga ekiriko
enkomera, era empagi eyekyuma, era bugwe
owekikomo eri ensi yona, eri bakabaka ba Yuda,
eri abakulu bayo, eri bakabona bayo, neri aba-
19 ntu abomunsi. Era balirwana nawe; naye
tebalikusinga: kubanga nze ndi wamu nawe,
bwayogera Mukama, okukuwonya.

2

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Genda oyogerere wagulu mu 2
matu ga Yerusalemi nti Bwatyo bwayogera
Mukama nti Nkujukirira ku kisa ekyomubu-
tobwo, okwagala okwokwogerezebwakwo; bwe-
wangoberera mu lukola munsi etasigibwa. Isi- 3
raeri (yali) butukuvu eri Mukama, ebibala ebi-
beryeberye ebyokukyengerakye: bona abamulya
baliitibwa abaziza omusango: obubi bulibatu-
kako, bwayogera Mukama.

Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe 4
enyumba ya Yakobo, nebika byona ebyenyumba
ya Isiraeri: bwatyo bwayogera Mukama nti, 5
Butali butukirivu ki bajaja bamwe bwebālaba
munze nokugenda bagenze wala okunvako,
nebatambula okugoberera obutalimu nebafuka
abatalimu? So tebayogera nti Mukama alitu- 6
dawa eyatugya munsi Yemisiri; eyatuisa mu
lukola, munsi eyamalungu nobunya, munsi eye-
nyonta neyekisikirize ekyokufa, munsi omuntu
yena gyataitamu, so nomuntu yena mwatabera?
Nembaleta munsi eyekyengera, okulya ebibala 7
byamu nobulungi bwamu; naye bwemwaingira
nemwonona ensi yange, nemufula obusika
bwange okuba omuzizo. Bakabona tebayo- 8
gera nti Mukama alirudawa? nabo abatoga-
toga amateka teba'manya: era nabakungu
nebansobya, banabi nebalagula kulwa Baali
nebatambula nga bagoberera ebitaliko kyebi-
gasa. Kyenava neyongera okuwoza namwe, 9
bwayogera Mukama, era ndiwoza nabana babana
bamwe. Kubanga muwunguke mugende ku 10
bizinga bya Kitimu mulabe; mutume Eke-
dala, mwetegereze nyo; mulabe obanga waba-
ngawo ekigambo ekyenkana awo. Waliwo egwa- 11

nga eryawanyisa bakatonda (babwe), abatali
bakatonda naye? naye abantu bange bawanyisa
ekitibwa kyabwe olwekyo ekitaliko kyekigasa.
12 Samaliririra ekyo, gwe egulu, otye ekitatika,
13 owubale nyo, bwayogera Mukama. Kubanga
abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze
olu'zi olwama'zi amalamu, nebesimira ebidiba,
14 ebidiba ebitonya, ebitainza kubamu ma'zi. Isi-
raeri mudu? (mudu) eyazalibwa mu nyumba?
15 kiki ekimufude omuigo? Empologoma ento
zimuwulugumideko nezivuma: nezizisa ensi-
ye; ebibugabye byokeredwa dala awatali
16 abitulamu. Era abana ba Nofu ne Tapanesi
17 bamenye obwezingebwo. Tewereseko ekyo
kubanga olese Mukama Katondawo, bweya-
18 kulungamiza mu kubo? Kale no ofayo ki mu
kubo erigenda Emisiri okunywa ama'zi ga Sikola?
oba ofayo ki mu kubo erigenda Ebwasuli, oku-
19 nywa ama'zi Agomuga? Obubibwo gwe bulikubulirira, nokudakwo enyuma kulikunenya: kale manya olabe nga kigambo kibi era kya bubalagaze, kubanga olese Mukama Katondawo, era ngentisa yange teri mugwe, bwayogera Mukama,
20 Mukama owegye. Kubanga obweda namenya ekikoligokyo, nenkutula ebisibabyo; noyogera nti Sija kuwereza; kubanga wakutama ku buli lusozi oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi
21 nga wefula omwenzi. Era naye nali nkusimbye muzabibu mulungi, ensigo eyamazima amerere: kale ofuse otya gyendi omuti ogwayononeka
22 ogwomuzabibu ogwomukibira? Kubanga newakubade ngonaba noluvu newetwalira sabuni mungi, naye obutali butukirivubwo bulambidwa mu maso gange, bwayogera Mukama Katonda.
23 Oinza otya okwogera nti Sononese, sigobereranga Babaali? laba ekubolyo mu kiwonvu, otegere byewakola: (oli) ngamira ya mbiro ngeitaita mu

makubo gayo; entulege eyamanyira enkola 24
ekonga empewo nga yegomba; mu kisera kyayo
ani ainza okugikyusa? zona eziginonya teziryekoya; zinagirabira mu mwezi gwayo. Ziiza eki- 25
gerekyo oleme okuba atalina ngato, nomumirogwo oleme okulakasira enyonta: naye noyogera
nti Tewali subi: neda; kubanga njagade abana-
gwanga, era bendigoberera. Omu'bi nga bwa- 26
kwatibwa ensonyi bwalabika, nenyumba ya
Isiraeri bwekwatibwa bweti ensonyi; bo ne bakababaka babwe nabakulu babwe ne bakabona
babwe ne banabi babwe; abagamba ekikonge 27
nti Gwe kitange; nejinja nti Gwonzala: kubanga bankubye amabega so si maso gabwe:
naye mu biro mwebalirabira enaku balyogera
nti Golokoka otulokole. Naye bakatondabo be- 28
wekolede balirudawa? bo bagolokoke obanga
bainza okukulokola mu biro mwolabira enaku:
kubanga ebibugabyo nga bwebyenkana, ne bakatondabo bwebenkana bwebatyo, gwe Yuda.
Kiki ekibagaza okuwoza nange? mwena mu- 29
nsobe'za, bwayogera Mukama. Abana bamwe 30
mbakubide bwerere; tebaganyi'za kubulirirwa:
ekitala kyamwe mwe kimazewo banabi bamwe
ngempologoma ezikiriza. Mwe abomumirembe 31
gino, mulabe ekigambo kya Mukama. Nabanga lukola eri Isiraeri? oba nsi ya kizikiza ekikute?
abantu bange ekibogeza ki nti Tutālūse; tetukyaja gyoli nate? Omuwala ainza okwerabira 32
ebibye ebyobuyonjo, oba omugole ebyambalobye?
naye abantu bange banerabide enaku (nyingi)
ezitabalika. Ngolongosa ekubolyo okunonya 33
okwagalibwa! kyovude oigiriza nabakazi ababi
amakubogo. Era ku birengebyo kulabise omu- 34
sai gwememe zabavu abataliko musango: sigulabye mu kituli ekisimibwa wabula ku bino
byona. Era naye noyogera nti Siriko musango; 35

mazima obusungubwe bukyuse okunvako. Laba,
ndiwoza nawe kubanga oyogera nti Sononanga.
36 Otambuliratambulira ki enyo bwotyo okuwa-
nyisa ekubolyo? era olikwatibwa ensonyi ne
kulwa Misiri, nga bwewakwatibwa ensonyi ku-
37 lwa Bwasuli. Era ne gyali olivayo nga wetise
emikono: kubanga Mukama aganyi ebyo byewe-
siga, so toliraba mukisa mubyo.

3

1 Bogera nti Omusaja bwagoba mukaziwe, naye
namuvako naba owomusaja omulala, omusaja
oyo alimudira nate? ensi eyo teryononeka
nyo? Naye gwe wefula omwenzi eri ba-
ganzibo bangi; era naye nzirira nate, bwayo-
2 gera Mukama. Imusa amasogo eri ensozi ezo-
bweru olabe; webatasulira nawe wa? Wabatu-
lirira ku mabali gekubo, Ngomuwalabu mu lu-
kola; era wayonona ensi nobwenzibwo no-
3 bubibwo. Empandagirize kyezivude ziziizibwa,
so tewabadewo togo; era naye noba nekyenyi
4 ekyomwenzi, wagana okukwatibwa ensonyi. To-
nkabirenga okuva lero nti Kitange, gwe musale
5 wa buto bwange? Aliguguba (nobusungubwe)
emirembe gyona? aliremera mubwo okutusa
enkomerero? Laba, wayogera nokola ebigambo
ebibi, nokwata ekubolyo gwe.
6 Era nate Mukama nangambira mu mirembe
gya Yosiya kabaka nti Olabye ekyo Isiraeri
eyada enyuma kyakoze? alinye ku buli lusozi
oluwanvu ne wansi wa buli muti omubisi, neye-
7 fulira eyo omwenzi. Nenjogera bweyamala
okukola ebyo byona nti 'Alinzirira; naye nata-
da: ne mwanyina owenkwe Yuda nakiraba.
8 Nendaba, bwenamala okugoba Isiraeri eyada enyu-
ma nemuwa ebaluwa eyokumugoba olwensonga
eno kubanga ayenze, era naye Yuda owenkwe

mwanyina natatya ; naye era naye nagenda neyefula omwenzi. Awo olwatuka kubanga mwangu 9
okwenda ensi neyononeka, nayenda ku mainja
nebikonge. Era naye ebyo byona newakubade 10
nga bimaze okubawo mwanyina owenkwe Yuda
tanziriride nomutimagwe gwona, naye ngakusa-
kusa, bwayogera Mukama. Awo Mukama 11
nangamba nti Isiraeri eyada enyuma yeraze
okuba omutukirivu okukira Yuda owenkwe.
Genda olangire ebigambo bino ngotunulira obu- 12
kika obwa kono, oyogere nti Komawo, gwe
Isiraeri eyada enyuma, bwayogera Mukama;
sibatunulire nobusungu : kubanga nina okusa-
sira, bwayogera Mukama, siriguguba na (busungu)
emirembe gyona. Kyoka kiriza obutali butuki- 13
rivubwo, nga wasobya Mukama Katondawo, no-
sasanyiza amakubogo abagenyi wansi wa buli
muti omubisi, so temwagondera dobozi lyange,
bwayogera Mukama. Komawo, mwe abana 14
abada enyuma, bwayogera Mukama ; kubanga
nze bamwe : era ndibatwala nga nziya omu ku
kibuga nababiri ku kika, nembaleta Esayuni :
era ndibawa abasumba ngomutima gwange bwe- 15
guli abalibalisa nokumanya nokutegera. Awo 16
olulituka bwemuliba nga mwaze era nga mwe-
yongede munsi, awo mu biro ebyo, bwayogera
Mukama, nga tebakyayogera nti Esanduke eye-
ndagano ya Mukama ; so teriingira mu mwoyo
gwabwe : so tebaligijukira ; so tebaligikyalira ;
so tebalikola nate (bwebatyo). Mu biro ebyo 17
baliita Yerusalemi entebe ya Mukama ; nama-
wanga gona galikunganyizibwa eyo, eri erinya
lya Mukama Eyerusalemi : so tebalitambula nate
ngobukakanyavu bwomutima gwabwe omubi
bwebuli. Mu biro ebyo enyumba ya Yuda 18
eritambuira wamu nenyumba ya Isiraeri, era
balivira wamu munsi eyobukika obwa kono neba-

ingira munsi gyenawa bajaja bamwe okuba obu-
19 sika. Naye nenjogera nti Ndikuteka ntya mu
bana, nenkuwa ensi eyesanyu, obusika obulungi
mugye lyamawanga? nenjogera nti Mulimpita
nti Kitange; so temulikyuka obutangoberera.
20 Mazima omukazi nga bwava ku bawe ngasala
olukwe, bwemutyo namwe bwemunsalide enkwe,
mwe enyumba ya Isiraeri, bwayogera Mukama.
21 Edobozi liwulidwa ku nsozi ezobweru, okukaba
nokwegairira kwabana ba Isiraeri; kubanga
banyode ekubo lyabwe, berabide Mukama Ka-
22 tonda wabwe. Mukomewo, mwe abana abada
enyuma, nawonya okuda kwamwe enyuma.
Laba, tuze gyoli; kubanga gwe Mukama Ka-
23 tonda wafe. Mazima (okuberwa okusubirwa)
okuva ku nsozi kwa bwerere, oluyogano oluli ku
nsozi: mazima mu Mukama Katonda wafe mwe
24 muli obulokozi bwa Isiraeri. Naye ekyo
ekikwasa ensonyi kye kimazewo emirimu gya
bajaja bafe okuva mu buto bwafe; embuzi za-
bwe nente zabwe, batabani babwe nabawala
25 babwe. Tugalamire ensonyi nga zitukute, oku-
swala kwafe kutubikeko: kubanga twononye
Mukama Katonda wafe, fe ne bajaja bafe okuva
mu buto bwafe ne lero: so tetugonderanga do-
bozi lya Mukama Katonda wafe.

4

1 Bwonokiriza okukomawo, gwe Isiraeri, bwa-
yogera Mukama, eri nze gyolida: era bwono-
gyawo emizizogyo mu maso gange, awo tolijulu-
2 kuka; awo oliraira nti Mukama nga bwali omu-
lamu mu mazima ne mu musango ne mu butuki-
rivu; namawanga galyèsabira omukisa muye,
era muye mwebalyenyumiririza.
3 Kubanga bwatyo Mukama bwagamba abasaja
ba Yuda ne Yerusalemi nti Mukabale etaka

lyamwe eritali dime, so temusiganga mu magwa.
Mwekomole eri Mukama, mugyewo ebikuta 4
ebyemitima gyamwe, mwe abasaja ba Yuda na-
bali mu Yerusalemi : ekiruwi kyange kireme
okufuluma ngomuliro nekyokya newataba ainza
okukizikiza olwobubi obwebikolwa byamwe.
Mulangire mu Yuda, mulalike mu Yerusalemi ; 5
mwogere nti Mufuwe ekondere munsi ; mwoge-
rere wagulu mwogere nti Mukungane, tuingire
mu bibuga ebiriko enkomera. Musimbe ebende- 6
ra okwolekera Sayuni : muduke muwone, temu-
lwawo : kubanga ndireta obubi obuliva ebukika
obwa kono nokuzikiriza okunene. Empologoma 7
erinye okuva mu kisaka kyayo, era omuzikiriza
wamawanga ; akute ekubo, avude mu kifokye ;
okuzisa ensiyo, ebibugabyo babizise obutabamu
abiberamu. Olwekyo mwambale ebibukutu, mu- 8
kungubage muwowogane : kubanga ekiruwi kya
Mukama tekikyuse okutuvako. Awo olulituka 9
ku lunaku olwo, bwayogera Mukama, omutima
gwa kabaka gulizikirira, nomutima gwabakulu ;
ne bakabona balisamalirira ne banabi balye-
wunya. Awo nendyoka njogera nti Wowe, Mu- 10
kama Katonda ! mazima olimbye nyo egwanga
lino ne Yerusalemi ngoyogera nti Muliba nemi-
rembe ; naye ekitala kituka ku meme. Mu biro 11
ebyo baligamba egwanga lino ne Yerusalemi nti
Embuyaga ezolubugumu eziva ku nsozi ezobweru
mu lukola ezolekera omuwala wabantu bange, si
za kuwuja so si za kulongosa ; embuyaga nyingi 12
eziva kwezo zirija kulwange : kakano nange na-
yogera emisango kubo. Laba, alirinya ngebire, 13
namagalige (galiba) ngempewo ezakazimu : emba-
lasize za mbiro okukira empungu. Zitusanze !
kubanga tunyagidwa. Ai Yerusalemi, naza omu- 14
timagwo gugwemu obubi, olyoke olokoke. Ebi-
rowozobyo ebibi biritusa wa okubera mundayo ?

15 Kubanga edobozi lirangira nga liima Edani, era
liralika obubi nga liima ku nsozi za Eferaimu:
16 mubulire amawanga; laba, mulalike eri Yerusa-
lemi ngabakumi bava munsi eyewala nebalangira
17 ebibuga bya Yuda nedobozi lyabwe. Bakyeto-
lode enjuwi zona ngabakuma enimiro; kubanga
18 kyanjemera, bwayogera Mukama. Ekubolyo ne-
bikolwabyo bye bikufunide ebyo; buno bwe bu-
bibwo; kubanga bwa bubalagaze, kubanga bu-
tuka ne ku mutimagwo.
19 Ememe yange, ememe yange! omutima gwange
gunuma munda mwe nyini; omutima gwange
gweralikiride munze; siinza kusirika; ku-
banga owulide, ai ememe yange, edobozi lyeko-
20 ndere, nga liraye. Okuzikirizibwa nokuzikirizi-
bwa kulangirwa; kubanga ensi yona enyagidwa:
ewema zange zinyagidwa nga simanyiride,
21 namagigi gange mu kasera kamu. Nditusa wa
okulaba ebendera nempulira edobozi lyekondere?
22 Kubanga abantu bange basirusiru, teba'manyi;
biwowongole byabana, so tebalina kutegera: ba
magezi mu kukola obubi, naye mu kukola obu-
lungi tebalina kumanya.
23 Nalaba ensi, era, laba, nga njerere nga yeta-
24 budetabude; negulu nga temuli musana. Nala-
ba ensozi, era, laba, nga zikankana, obusozi
25 bwona nebuyuguma eruwi neruwi. Natunula,
era, laba, nga tewali muntu, nenyonyi zona ezo-
26 mubanga nga ziduse. Natunula era, laba, eni-
miro engimu nga lukola, nebibuga byamu byona
nga bimenyesemenyese olwokuja kwa Mukama
27 (ne) mu maso gekiruwikye. Kubanga bwatyo
bwayogera Mukama nti* Ensi yona eriba nsiko;
28 naye sirikomekerereza dala. Ensi kyeriva ewu-
bala, negulu eriri wagulu liridugala: kubanga
nze nkyogede, nkimaliride, so sejusiza, so sirida
29 nyuma okukireka. Ekibuga kyona kiduka olwo-

kuyogana kwabo abebagade embalasi nabemitego ;
baingira mu bisaka, nebalinya ku mainja : buli
kibuga kirekedwa, so tewali muntu atula omwo.
Nawe bwolinyagibwa olikola otya ? Newaku- 30
bade ngoyambala olugoye olutwakavu, newaku-
bade nga weyonja nebintu ebya zabu, newakubade
ngogaziya amasogo nga wesigako edagala, wefu-
lira bwerere omulungi ; baganzibo bakunyoma,
banonya obulamubwo. Kubanga mpulide edo- 31
bozi ngeryomukazi alumwa okuzala, obubala-
gaze obuli ngobwoyo azala omwanawe omuberye-
berye, edobozi lyomuwala wa Sayuni alākīra,
ayanjala engaloze (ngayogera nti) Zinsanze kaka-
no ! kubanga ememe yange ezirika mu maso
gaba'si.

5

Mudukane eruwi neruwi mu ngudo Ezeyeru- 1
salemi, mulabe no, mumanye, munonyeze mu bifo
byamu ebigazi obanga munainza okulaba omuntu,
obanga waliwo nomu akola ebyensonga, anonya
amazima ; awo nakisonyiwa. Era newebogera 2
nti Nga Mukama bwali omulamu ; mazima
balaira ebyobulimba. Ai Mukama, amasogo 3
tegatunulira mazima ? obakubye, naye nebatana-
kuwala ; obamazewo, naye baganyi okubu-
lirirwa : bakakanyaziza amaso gabwe okukira
olwazi ; baganyi okuda. Awo nenjogera nti 4
Mazima bano bavu : basirusiru ; kubanga teba-
manyi kubo lya Mukama newakubade omusango
gwa Katonda wabwe : negendera eri abakulu 5
nenjogera nabo ; kubanga bo bamanyi ekubo
lya Mukama, nomusango gwa Katonda wabwe.
Naye abo bamenye ekikoligo nomwoyo gumu
nebakutula ebisiba. Empologoma eva mu 6
kibira kyeriva ebata, omusege ogwekiro guli-
banyaga, engo eritegera mu bibuga byabwe, buli

muntu ava omwo alitagulwatagulwa: kubanga
okusobya kwabwe kungi nokuda kwabwe
7 enyuma kweyongede. Nyinza ntya okukuso-
nyiwa? abanabo banvudeko, nebalaira abo aba-
tali bakatonda: bwenabalisa okukuta nebayenda,
nebakunganira ku nyumba zabakazi abenzi ebi-
8 bina. Bali ngembalasi ezalisibwa enkya: buli
9 muntu ngabebera mukazi wa mune. Siribone-
reza olwebyo? bwayogera Mukama: era ememe
yange teriwalana gwanga ku gwanga erifanana
bweritvo?
10 Mulinye ku bugwe wakyo, muzikirize; naye
temukomekerereza dala: mugyewo amatabi
11 gakyo: kubanga si ga Mukama. Kubanga enyu-
mba ya Isiraeri nenyumba ya Yuda bankusa-
12 kusiza nyo nyini, bwayogera Mukama. Beganyi
Mukama nebogera nti Siye; so obubi tebulitu-
jira; so tetuliraba kitala newakubade enjala:
13 ne banabi balifuka mpewo, so nekigambo tekiri
14 mubo: bwebalikolebwa bwebatyo. Mukama
Katonda owegye kyava ayogera nti Kubanga
mwogera ekigambo ekyo, laba, ndifula ebigambo
byange mu kamwako okuba omuliro nabantu
15 bano okuba enku, era gulibokya. Laba, ndireta
kumwe egwanga eririva ewala, mwe enyumba
ya Isiraeri, bwayogera Mukama: gwanga lya
manyi, gwanga lya da, egwanga lyotomanyiko
16 olulimi lwalyo so totegera byebogera. Omufuko
gwabwe ntana eyasamiride, bona basaja ba manyi.
17 Era balirya ebikungulwabyo nemereyo, batabani-
bo ne bawalabo byebandiride: balirya embuzizo
nentezo: balirya emizabibugyo nemitinigyo:
balimenyamenya nekitala ebibugabyo ebiriko
18 enkomera byewesiga. Era naye ne mu biro ebyo,
bwayogera Mukama, sirikomekerereza dala gye-
19 muli. Awo olulituka bwemulyogera nti Mu-
kama Katonda wafe kiki ekimukozeza fe eby

byona ? awo nolyoka obagamba nti Nga mwe bwemunvudeko nemuwerereza bakatonda abanagwanga munsi yamwe, bwemutyo bwemuliwereza abanagwanga munsi eteri yamwe.

Mubulirire kino mu nyumba ya Yakobo, mukirangirire mu Yuda, nti Muwulire no kino, 20 21
mwe abantu abasirusiru era abatalina kutegera ; abalina amaso nemutalaba ; abalina amatu nemutawulira : temuntya ? bwayogera Mukama : te- 22
mukankanire kuja kwange, eyateka omusenyu okuba ensalo yenyanja olwekiragiro ekitaligwawo, nokuinza neteinza kugusukako ? era amayengo gayo newegesukunda, naye tegainza kuwangula ; newegawuma, naye tegainza kugusukako. Naye 23
abantu bano balina omutima omuwaganyavu era omujemu ; bajemye bagenze. So tebogera mu 24
mutima gwabwe nti Tutye no Mukama Katonda wafe awa enkuba, dumbi ne togo, mu ntuko yayo ; atuterekera sabiti ezebikungulwa ezatekebwawo.
Obutali butukirivu bwamwe bwe busindise ebyo, 25
nebibi byamwe bye bibaziiriza ebirungi. Ku- 26
banga mu bantu bange mulabika abasaja ababi : balabirira ngabatezi benyonyi bwebatega ; batega omutego, bakwasa abantu. Ngekiguli bwekijula 27
enyonyi, enyumba zabwe bwezijula bwezityo obulimba : kyebavude bafuka abakulu nebagagawala. Bage'ze, banyiride : wewawo, basukiriza 28
ebikolwa ebyobubi : tebawoza nsonga, ensonga yatalina kitawe, balyoke balabe omukisa ; so tebasalira bavu musango gwabwe. Siribone- 29
reza olwebyo ? bwayogera Mukama : ememe yange teriwalana gwanga ku gwanga erifanana bweritYo ?

Ekigambo ekyekitalo era ekyekive kitukiride 30
munsi ; banabi balagula bya bulimba, ne baka- 31
bona bafuga kulwabo ; nabantu bange bagala kibere bwekityo : era mulikola ki ku nkomerero yebyo ?

6

1 Muduke olwokuwona, mwe abana ba Benya-
mini, muve wakati mu Yerusalemi, mufuire
ekondere Etekoa, musimbe akabonero ku Besi-
kakeremu : kubanga obubi butunula nga buima
2 ebukika obwa kono nokuzikirira okunene. Oyo
omulungi omwekanasi, omuwala wa Sayuni, ndi-
3 muzikiriza. Abasumba balija gyali nga balina
ebisibo byabwe ; balisimba ewema zabwe oku-
mwolekera enjuwi zona ; balirira buli muntu mu
4 kifokye ye. Mwetegeke okulwana naye ; mui-
5 muke tulinye mu tuntu. Zitusanze ! kubanga
obude buka, kubanga ebisikirize ebyakawungezi
byenude. Muimuke twambuke kiro, tuzikirize
6 amayumbage. Kubanga Mukama wegye ayogede
bwati nti Muteme emiti mutume entumo ku
Yerusalemi : ekibuga ekyo kye kigenda okubone-
rezebwa ; kyona kujoga kwerere wakati mukyo.
7 Ngolu'zi bwerukulukuta ama'zi galwo, bwekityo
bwekikulukuta obubi bwakyo : ekyejo nokunyaga
biwulirwa mukyo ; endwade nebiwundu biba
8 mu maso gange bulijo. Iga, gwe Yerusalemi,
ememe yange ereme okwawukana nawe ; neme
okukufula amatongo, ensi omutali muntu.
9 Bwatyo bwayogera Mukama wegye nti Bali-
yerera dala abalisigala ku Isiraeri ngomuzabibu :
'za nate omukonogwo ngomunozi wezabibu mu
10 bibo. Ani gwemba njogera naye nemba omujuli-
rwa, balyoke bawulire ? laba, okutu kwabwe si
kukomole, so tebainza kuwuliriza : laba, ekigambo
kya Mukama kifuse gyebali ekivume ; tebakisa-
11 nyukira na kamu. Kyenvude njijula ekiruwi kya
Mukama ; nkoye okuzibikiriza : kiyiwe ku
bana abato mu lugudo ne ku kunganiro lyabavu-
buka wamu : kubanga ne ba wamu nomukazi
alikwatibwa, omukade wamu noyo awezeza enaku

(nyingi). Nenyumba zabwe zirifuka za balala, 12
enimiro zabwe nabakazi babwe wamu : kubanga ndigolola omukono gwange kwabo abali munsi, bwayogera Mukama. Kubanga okuva 13
ku muto mubo okutuka ku mukulu mubo buli muntu wa mululu ; era okuva ku nabi okutuka ku kabona buli muntu alyazamanya. Era ba- 14
wonye'za ekiwundu kyabantu bange kungulu kwoka, nga bogera nti Mirembe, mirembe ; so emirembe nga tewali. Bākwatibwa ensonyi bwe- 15
lamala okukola ebyemizizo ? neda, tebākwatibwa nsonyi na katono, so tebāinza kumyusa amaso : kyebaliva bagwira mwabo abagwa : mu kisera mwendibajirira mwebalisulirwa, bwayogera Mukama.

Bwatyo bwayogera Mukama nti Muimirire 16
mu makubo mulabe, mubuze amakubo ageda, olugudo olulungi gyeruli, mutambulire omwo, awo mulirabira ememe zamwe ekiwumulo : naye nebogera nti Tetutambulire (omwo). Nembate- 17
kako abakumi (nebogera nti) Muwulirize edobozi lyekondere ; naye nebogera nti Tetuwulirize. Kale muwulire, mwe amawanga, mumanye, mwe 18
abekunganiro, ebiri mubo. Wulira, gwe ensi : 19
laba, ndireta akabi ku bantu bano, bye bibala byebirowozo byabwe, kubanga tebawulide bigambo byange ; namateka gange bagaganyi. Omugavu oguva Esyeba gujira ki gyendi, nemuli 20
ezakalosa eziva munsi eyewala ? Byemuwayo ebyokebwa tebikirizika gyendi, so ne sadaka zamwe tebinsanyusa. Mukama kyava ayogera 21
bwati nti Laba, nditeka enkonge mu maso gabantu bano : ne bakitabwe ne batabani babwe wamu balizesitalako ; muliranwawe ne mukwanogwe balizikirira.

Bwatyo bwayogera Mukama nti Laba, waliwo 22
egwanga eriva munsi eyebukika obwa kono, era

egwanga ekulu liriimuka okuva ku nkomerero
23 zensi. Bakwata omutego nefumu ; bakambwe so
tebalina kusasira ; edobozi lyabwe liwuma nge-
nyanja, era bebagala embalasi ; buli muntu nga-
tala, ngomusaja bwatalira olutalo, okulwana
24 nawe, ai omuwala wa Sayuni. Tuwulide
etutumo lyalyo ; emikono gyafe neginafuwala :
obubalagaze butukute nokulumwa ngomukazi
25 alumwa okuzala. Temufulumanga mu tale, so
temutambuliranga mu kubo ; kubanga (eriyo)
26 ekitala ekyomulabe nentisa enjuwi zona. Ai
omuwala wabantu bange, wesibe ebibukutu,
wekulukunye muvu : kungubaga ngakungubagira
mutabaniwe omu yeka, nga wesāsābaga nyo
nyini ; kubanga omunyazi alitujira nga tetuma-
27 nyiride. Nkufude kigo era lukomera mu bantu
bange ; olyoke omanye okeme ekubo lyabwe.
28 Bona bajemu abatalabwa, nga batambula nga
bawairiza ; bikomo era byuma : bona bakola ebyo-
29 bukyamu. Emivubo gifuwa namanyi ; omuliro
gumalawo lisasi : beyongerera bwerere okulo-
30 ngosa ; kubanga ababi tebasimbulibwawo. Mase-
ngere gā feza, abantu bwebalibaita bwebatyo,
kubanga Mukama abasude.

7

1 Ekigambo ekyajira Yeremiya ekyava eri
2 Mukama nga kyogera nti Imirira mu mulya-
ngo gwenyumba ya Mukama, olangirire eyo ekigambo kino, oyogere nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe mwena aba Yuda, abaingira mu
3 miryango gino okusinza Mukama. Bwati bwayogera Mukamā wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Mulongose amakubo gamwe nebikolwa
4 byamwe, nange ndibatuza mu kifo kino. Temwesiganga bigambo bya bulimba nti Bino ye yekalu ya Mukama, ye yekalu ya Mukama, ye

yekalu ya Mukama. Kubanga bwemulirongoseza 5
dala amakubo gamwe nebikolwa byamwe; bwe-
mulitukiririza dala emisango eri omuntu ne
mune; bwemutalijoga mugenyi natalina kitawe 6
ne munamwandu, so temuliyiwa musai ogutaliko
musango mu kifo kino, so temulitambula okugo-
berera bakatonda abalala, okwerumya mwe be
nyini: awo ndibatuza mu kifo kino munsi gye- 7
nawa bajaja bamwe obweda bwona okutusa emi-
rembe gyona. Laba, mwesiga ebigambo ebyobu- 8
limba ebitainza kugasa. Muna'banga, nemuta, 9
nemuyenda, nemulaira ebyobulimba, nemwoteza
obubane eri Baali, nemutambula okugoberera
bakatonda abalala bemutamanyanga, nemuja 10
nemuimirira mu maso gange mu nyumba eno
eritumibwako erinya lyange, nemwogera nti
Tuwonyezebwa; mulyoke mukole emizizo egyo
gyona? Enyumba eno etumibwako erinya 11
lyange efuse empuku ya banyazi mu maso gamwe?
Laba, nze, nze mwene, nkirabye, bwayogera Mu-
kama. Naye mugende no mu kifo kyange ekyali 12
mu Siro, gyenatuza erinya lyange oluberyeberye,
mulabe kyenakikola olwobubi bwabantu bange
Isiraeri. Era kakano kubanga mukoze ebikolwa 13
ebyo byona, bwayogera Mukama, nenjogera
namwe, nga ngolokoka mu makya nenjogera,
naye nemutawulira; nembaita naye nemutaitaba:
kyendiva nkola enyumba etumibwako erinya 14
lyange, gyemwesiga, nekifo kyenawa mwe ne ba-
jaja bamwe, nga bwenakola Siro. Era ndibasula 15
okuva mu maso gange, nga bwenasula baganda
bamwe bona, ezade lyona erya Eferaimu.

Kale tosabiranga bantu bano, so tobaimusizanga 16
kukaba newakubade okusaba, so tonegairiranga
okuwolereza, kubanga sikuwulire. Tolabye bye- 17
bakola mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo Eze-
yerusalemi? Abana batyaba enku, bakitabwe 18

nebakuma omuliro, abakazi nebagoya obuta, okufumbira kabaka wegulu omukazi emigati, no-kufukira bakatonda abalala ebiwebwayo ebyoku-
19 nywa balyoke bansunguwaze. Basunguwaza nze? bwayogera Mukama; tebesunguwaza bo be
20 nyini, okuswaza amaso gabwe bo? Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Laba, obusungu bwange nekiruwi kyange birifukibwa ku kifo kino, ku bantu ne ku nsolo ne ku miti egyomutale ne ku bibala ebyetaka; era bulyaka so tebulizikizibwa.

21 Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri nti Mwongere byemuwayo ebyokebwa ku
22 sadaka zamwe, mulye enyama. Kubanga sayogera ne bajaja bamwe so sabalagira ku lunaku kwenabagyira munsi Eyemisiri ebyebiwebwayo
23 ebyokebwa newakubade sadaka: naye ekigambo kino kyenabalagira nti Muwulire edobozi lyange, nange ndiba Katonda wamwe, namwe muliba bantu bange: era mutambulirenga mu kubo lye-
24 mbalagira, mulyoke mube bulungi. Naye nebatawulira so tebatega kutu kwabwe, naye nebatambulira mu kutesa (kwabwe bo ne) mu bukakanyavu bwomutima gwabwe omubi, nebada enyu-
25 ma so tebeyongera mu maso. Okuva ku lunaku bajaja bamwe kwebavira munsi Eyemisiri ne lero, nabatumira abadu bange bona banabi, buli luna-
26 ku nga ngolokoka mu makya nembatuma: era naye nebatampulira so tebatega kutu kwabwe, naye nebakakanyaza ensingo yabwe: bākola obubi okukira bajaja babwe.

27 Era obagambanga ebigambo bino byona; naye tebalikuwulira: era obakowolanga, naye tebaliku-
28 itaba. Era obagambanga nti Lino lye gwanga eritawulide dobozi lya Mukama Katonda wabwe, so tebakiri'za kuigirizibwa: amazima gafude, gazikiride okuva mu kamwa kabwe.

Sala envirizo (gwe Yerusalemi), ozisule wala, 29
otanule okukungubagira ku nsozi ezobweru ; ku-
banga Mukama asude abantu abomumirembe
egyobusungubwe, abaleseyo. Kubanga abana ba 30
Yuda bakoze ebiri mu maso gange ebibi, bwayo-
gera Mukama : batade emizizo gyabwe mu nyu-
mba etumibwako erinya lyange, okugyonona.
Era bazimbye ebifo ebigulumivu Ebyetofesi ekiri 31
mu kiwonvu ekya mutabani wa Kinomu, okwokya
batabani babwe ne bawala babwe mu muliro ;
kyesiragiranga so tekyaingira mu mutima gwange.
Kale, laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwe- 32
kitaliitibwa nate nti Tofesi newakubade nti
Kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, wabula nti
Kiwonvu kya tambiro : kubanga balizika mu
Tofesi okutusa lwewatalibawo banga (lya kuzi-
kamu). Nemirambo gyabantu bano giriba mere 33
ya nyonyi ezomubanga nensolo ezomunsi ; so
tewaliba alizisa'gula. Awo nendyoka nkomya 34
mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo Ezeyerusalemi
edobozi eryebinyumo nedobozi eryesanyu, edobozi
lyawasa omugole nedobozi lyomugole : kubanga
ensi erifuka nsiko.

8

Mu biro ebyo, bwayogera Mukama, baligya 1
amagumba ga bakabaka ba Yuda namagumba
gabakungube namagumba ga bakabona namagu-
mba ga banabi namagumba gabo abali mu Yeru-
salemi mu malalo gabwe. Awo baligālira mu 2
maso genjuba nomwezi negye lyona eryomugulu,
byebayagalanga, era byebawerezanga, era bye-
bagobereranga mu kutambula kwabwe, era bye-
banonyanga, era byebasinzanga : tegalikunganyi-
zibwa so tegalizikibwa ; galiba busa ku maso
getaka. Era okufa kulyagalibwa okusinga obu- 3
lamu eri bona abafisewo abasigala ku kika kino

ekibi, abasigalawo mu bifo byona gyenabagobera, bwayogera Mukama wegye.

4 Era nate obagambanga nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Abantu baligwa nebataimuka nate?
5 omuntu alikyama natada? Kale abantu bano abomu Yerusalemi kiki ekibaziza enyuma nga bada enyuma obutayosangawo? banyuwezeza
6 obulimba, baganyi okuda. Nawuliriza nempulira, naye tebayogera bya nsonga: tewali muntu eyenenya obubibwe ngayogera nti Nkoze ki? buli muntu akyukira mu lugendolwe ngembalasi
7 efubutukira mu lutalo. Wewawo, kasida owomugulu amanyi ebiserabye ebyalagirwa; ne kamukukulu nakatai ne sekanyolya zirabirira ekisera mwezijira; naye abantu bange tebamanyi
8 kiragiro kya Mukama. Mwogera mutya nti Tulina amagezi, namateka ga Mukama gali nafe? Naye, laba, ekalamu eyobulimba eyabawandisi
9 ewandise ebitali bya mazima. Abagezigezi bakwatidwa ensonyi, bakengentererwa, bawambidwa: laba, baganyi ekigambo kya Mukama;
10 era magezi ki agali mubo? Kyendiva mbawa abalala bakazi babwe nenimiro zabwe eri abo abalizirya: kubanga buli muntu, omuto era nomukulu, wa mululu, nabi era ne kabona, buli
11 muntu alyazamanya. Era bawonye'za ekiwundu ekyomuwala wabantu bange kungulu kwoka nga bogera nti Mirembe, mirembe; songa emire-
12 mbe tewali. Bakwatibwa ensonyi bwebamala okukola ekyomuzizo? neda, tebakwatibwa nsonyi na katono, so tebainza kumyusa amaso: kyebaliva bagwa mwabo abagwa: mu biro mwebalijirwa mwebalimegerwa, bwayogera Mukama.
13 Ndibamalirawo dala, bwayogera Mukama: ku muzabibu tekuliba zabibu, newakubade etini ku mutini, namalagala galiwotoka; (nebintu) bye-
14 nabawa biribavako. Kiki ekitutuza obutuza?

mukungane, tuingire mu bibuga ebiriko enkomera, tusirikire eyo: kubanga Mukama Katonda wafe atusirisiza, era atunyweseza ama'zi agakalulwe, kubanga twayonona Mukama. Twasubira 15
emirembe, naye newataba birungi ebyaja; (twasubira) ebiro ebyokuwonyezebwamu, era, laba, okukengentererwa! Okufugula kwembalasize ku- 16
wulidwa ngoima Edani: olwedobozi eryokukaba (kwensoloze) ezamanyi ensi yona ekankana; kubanga zize, era ziride ensi ne byona ebigirimu; ekibuga nabo abakitulamu. Kubanga, laba, 17
ndisindika emisota, amasalambwa, agatalogeka; era galibaluma, bwayogera Mukama.

Wowe, singa nyinza okwesanyusa mu buinike! 18
omutima gwange guwedemu amanyi munda yange. Laba, edobozi eryokwogerera wagulu 19
okwomuwala wabantu bange eriva munsi eri ewala enyo nti Mukama tali mu Sayuni? Kabaka wakyo tali mukyo? Lwaki bo okunsunguwaza nebifananyi byabwe ebyole nebirerya ebigya? Ebikungulwa biwede, ekyeya kiise, nafe tetulo- 20
kose. Kubanga omuwala wabantu bange afumi- 21
tidwa ekiwundu, nange nfumitidwa ekiwundu: nzirugade; okusamalirira kunkute. Teri dagala 22
mu Gireada? teri musawo eyo? kale kiki ekirobede omuwala wabantu bange okuwona?

9

Omutwe gwange singa gubade ma'zi, namaso 1
gange singa lu'zi lwa maziga, nkabirenga emisana nekiro abo abatidwa abomuwala wabantu bange! Singa mbade nekisulo ekyabatambuze mu lu- 2
kola; ndeke abantu bange mbaveko! kubanga bona benzi, ekibina ekyabasaja abenkwe. Era 3
bananula olulimi lwabwe ngomutego gwabwe olwokulimba; era bafuse ba manyi munsi, naye si lwa mazima: kubanga bava mu bubi okweyo-

ngera mu bubi, so tebamanyi nze, bwayogera
4 Mukama. Mwekume buli muntu mune, so
temwesiganga wa luganda yena: kubanga buli
owoluganda alirīra dala (mugandawe), na buli
5 mune alitambulatambula ngawairiza. Era balirimba buli muntu mune, so tebalyogera bya
mazima: baigiri'za olulimi lwabwe okwogera
ebyobulimba; bekoya nga bakola ebitali bya
6 butukirivu. Ekifo kyoberamu kiri wakati mu
bulimba; olwobulimba kyebava bagana oku'manya, bwayogera Mukama.
7 Mukama wegye kyava ayogera bwati nti Laba,
ndibasanusa nembakema; kubanga nandikoze
8 ntya olwomuwala wabantu bange? Olulimi
lwabwe kasale akata; lwogera ebyobulimba:
wabawo ayogera ne mune ebyemirembe naka-
9 mwake, naye amutega mu mutimagwe. Siriba-
bonereza olwebyo? bwayogera Mukama: ememe
yange teriwalana gwanga ku gwanga erifanana
bwerityo?
10 Nditanula okukaba amaziga nokukungubaga
olwensozi, nokusasabaga olwamalundiro agomulukola, kubanga gokedwa, newataba aitamu; so
nabantu tebainza kuwulira kulira kwa nsolo;
enyonyi ezomubanga era nensolo ziduse, zigenze.
11 Era ndifula Yerusalemi okuba ebifunvu, ekisulo
ekyebibe; era ndifula ebibuga bya Yuda okuba
12 amatongo awatali abitulamu. Omugezigezi yani
ainza okutegera kino? era (ani) oyo akamwa ka
Mukama gwekogede naye, akinyonyole? ensi
ebulide ki negya ngolukola, newataba aitamu?
13 Era Mukama ayogera nti Kubanga balese
amateka gange genateka mu maso gabwe so tebagondede dobozi lyange so tebatambulide omwo;
14 naye nebatambula ngobukakanyavu bwebuli
obwomutima gwabwe bo nokugoberera Babaali
15 bajaja babwe bebabaigiriza: Mukama wegye,

Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bwati nti
Laba, ndibalisa abantu bano abusinso nembanywesa ama'zi agakalulwe. Era ndibasasanyiza 16
mu mawanga gebatamanyanga bo newakubade bajaja babwe : era ndisindika ekitala okubagoberera okutusa lwendimala okubazikiriza.
Bwatyo bwayogera Mukama wegye nti Mulo- 17
woze, muite abakazi abakungubazi, baje ; era
mutumye abakazi abakababakaba, baje : era ba- 18
nguwe batanule okutukubira ebiwobe, amaso
gafe gakulukute amaziga, nebikowe byafe bitirike
ama'zi. Kubanga edobozi eryebiwobe liwulirwa 19
nga liva mu Sayuni nti Nga tunyagidwa ! tuswade nyo, kubanga twaleka ensi, kubanga basude
enyumba zafe. Naye muwulire ekigambo kya 20
Mukama, mwe abakazi, nokutu kwamwe kukirize
ekigambo ekyomukamwake, muigirize abawala
bamwe okukuba ebiwobe, na buli muntu (aigirize)
mune okukungubaga. Kubanga okufa kulinye 21
mu bituli byafe, kuingide mu mayu gafe ; okumalawo abana ebweru, nabalenzi mu ngudo.
Mwogere nti Bwati bwayogera Mukama nti 22
Emirambo gyabasaja girigwa ngobusa ku tale
ebweru, era ngekinywa ekiri enyuma womukunguzi, so tewaliba aligironda.
Bwati bwayogera Mukama nti Omugezigezi 23
teyenyumirizanga olwamagezige, so nowamanyi
teyenyumirizanga olwamanyige, so nomugaga
teyenyumirizanga olwobugagabwe : naye eyenyu- 24
miriza yenyumirizenga olwa kino, ngategera era
ngamanyi nze nga ndi Mukama akola ebyekisa
nebyensonga nebyobutukirivu munsi : kubanga
ebyo byensanyukira, bwayogera Mukama. Laba, 25
enaku zija, bwayogera Mukama, lwendibonereza
abo bona abakomolwa mu butakomolwa (bwabwe). Misiri ne Yuda ne Edomu nabana ba 26
Amoni ne Moabu ne bona abamwa oluge, ababera

mu lukola : kubanga amawanga gona si makomole, nenyumba yona eya Isiraeri si bakomole mu mutima (gwabwe).

10

1 Muwulire ekigambo Mukama kyabagamba,
2 mwe enyumba ya Isiraeri : bwati bwayogera Mukama : nti Temuiga kubo lya mawanga, so temweralikirira bubonero bwa mu gulu ; kuba-
3 nga amawanga gabweralikirira. Kubanga empisa czamawanga teziriko kyezigasa : kubanga wabawo omu atema omuti mu kibira, omulimu ogwemi-
4 kono gyomukozi nemba'zi. Baguyonja ne feza ne zabu ; bagukomerera neninga nenyondo gule-
5 me okusagasagana. Bifanana olukoma oluliko enjola so tebyogera : tebirema kusitulibwa kubanga tebiinza kutambula. Temubityanga ; kubanga tebiinza kukola bubi so nokukola obulungi
6 tekuli mubyo. Tewali afanana gwe, ai Mukama ;
7 gwe mukulu, nerinyalyo kulu mu buinza. Ani atandikutide, ai Kabaka wamawanga ? kubanga kukugwanira gwe : kubanga mu bagezigezi bona abamawanga ne mu kitibwa kyabwe kyona ekya
8 bakabaka temuli akufanana gwe. Naye bo (bona) wamu bali ngensolo, basirusiru : okuigi-
9 riza kwebifananyi kisiki busiki. Waliwo feza eyawesebwa okuba eyempewere eyagyibwa Etalasisi, ne zabu eyava Eyufazi, omulimu ogwomufundi, nogwemikono gyomuwesi wa zabu ; kaniki nolugoye olwefulungu okuba ebyambalo byabyo ; byona mulimu gwa basaja abakakabakaba.
10 Naye Mukama ye Kafonda ye nyini owamazima ; oyo ye Katonda omulamu, era Kabaka atagwawo : ensi ekankana olwobusungubwe, so namawanga tegainza kugumikiriza kunyigakwe.
11 Bwemuti bwemuba mubagamba nti Bakatonda

abatakola gulu na nsi, abo balibula munsi nokuva wansi wegulu.

Yakola ensi olwobuinzabwe, yanyuweza ebintu 12
byona olwamagezige, era yabamba egulu olwokutegerakwe: bwaleta edobozirye, newaba oluyo- 13
gano olwama'zi mu gulu, era alinyisa emika okuva ku nkomerero zensi; akolera enkuba enjota, era agya embuyaga mu mawanikage. Buli 14
muntu afuse ngensolo, so talina kumanya; buli muwesi wa zabu ensonyi zimukwata olwekifananyikye ekyole: kubanga ekifananyikye ekisanuse bulimba, so temuli muka mubyo. Tebiriko kye- 15
bigasa, mulimu gwa bulimba: biribulira mu biro mwebirijirirwa. Omugabo gwa Yakobo 16
tegufanana ebyo; kubanga oyo ye mubumbi wa byona; era Isiraeri kye kika ekyobusikabwe: Mukama wegye lye linyalye.

Kunganya ebyobuguzibwo obigye munsi, gwa- 17
tula mu kibuga ekizingizibwa. Kubanga bwati 18
bwayogera Mukama nti Laba, ndivumula abatula munsi okubagyamu mu biro bino, era ndibasasanya, balumibwe. Zinsanze olwekiwundu 19
kyange! ekiwundu kyange kinuma nyo: naye nenjogera nti Mazima buno bwe buinike (bwange), era kingwanira okubugumikiriza. Ewema 20
yange enyagidwa, nemigwa gyange gyona gikutuse: abana bange banvudemu, so tebaliwo: tewakyali wa kubamba wema yange, newakubade owokusimba amagigi gange. Kubanga abasumba 21
bafuse ngensolo, so tebabuziza Mukama: kyebavude balema okulaba omukisa, nembuzi zabwe zona zisasanye. Edobozi eryekigambo kyebabu- 22
lira, laba, lija, nokusasamala okunene okuva munsi eyebukika obwa kono, okufula ebibuga bya Yuda amatongo, ekisulo ekyebibe. Ai 23
Mukama, manyi ngekubo eryomuntu teriri muye ye nyini: tekiri mu muntu atambula okulunga-

24 mya ebigerebye. Ai Mukama, ombulirire, naye
mpola ; si lwa busungubwo oleme okunzikiriza.
25 Fukira dala ekiruwikyo ku bamawanga abataku-
manyi, ne ku bika ebitaita linyalyo: kubanga
balide Yakobo, wewawo, bamulide, bamumazewo,
bazisiza ekifokye mwabera.

11

1 Ekigambo ekyajira Yeremiya ekyava eri
2 Mukama nti Muwulire ebigambo ebyendagano
eno, era mugambe abasaja ba Yuda nabo abali
3 mu Yerusalemi ; obagambe nti Bwati bwayogera
Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Omusaja ako-
limirwe atawulira bigambo bya ndagano eno,
4 gyenalagirira bajaja bamwe ku lunaku kwenaba-
gyira munsi Yemisiri, mu kikomi ekyekyuma,
nga njogera nti Mugonderenga edobozi lyange
mubikolenga nga byona bwebiri byembalagira:
bwemutyo bwemuliba abantu bange, nange
5 ndiba Katonda wamwe : ndyoke nyuweze
ekirairo kyenalairira bajaja bamwe, okubawa
ensi ekulukuta namata nomubisi gwenjuki nga
lero. Awo nendyoka nziramu nenjogera nti
Amina, ai Mukama.
6 Awo Mukama nangamba nti Langira ebigambo
bino byona mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo
Ezeyerusalemi ngoyogera nti Muwulire ebigambo
7 ebyendagano eno mubikole. Kubanga nategereza
dala bajaja bamwe ku lunaku kwenabagyira
munsi Yemisiri ne lero, nga ngolokoka mu makya
era nga ntegeza, nga njogera nti Mugondere edo-
8 bozi lyange. Naye nebatagonda so tebatega kutu
kwabwe, naye nebafambulira buli muntu mu
bukakanyavu bwomutima gwabwe omubi: kye-
nava mbaletako ebigambo byona ebyendagano
eno, gyenabalagira okukola, naye nebatabikola.
9 Awo Mukama nangamba nti Okwekobana

kulabise mu basaja ba Yuda ne mwabo abali mu Yerusalemi. Bakyuse okuda mu butali butukirivu bwa bajaja babwe abagana okuwulira ebigambo byange; era bagoberede bakatonda abalala okubawereza: enyumba ya Isiraeri nenyumba ya Yuda bamenye endagano yange gyenalagana ne bajaja babwe. Mukama kyava ayogera bwati nti Laba, ndibaletako obubi bwebataliinza kuwona; era balinkabirira, naye siribawuliriza. Awo ebibuga bya Yuda nabo abali mu Yerusalemi baligenda nebakabirira bakatonda bebotereza obubane: naye tebalibalokolera na kamu mu biro mwebalabira enaku. Kubanga ebibuga byamwe bwebyenkana obungi, ne bakatondabo bwebenkana bwebatyo, ai Yuda; era ngengudo Ezeyerusalemi bwezenkana obungi, bwemusimbide bwemutyo ebyoto ekintu ekikwasa ensonyi, ebyoto ebyokwoterezangako obubane eri Baali. Kale gwe tosabiranga bantu bano, so tobaimusizanga kukaba newakubade okusaba: kubanga siribawulirira mu biro mwebalinkabirira olwenaku zebalabye.

Muganzi wange afayo ki mu nyumba yange, kubanga akoze ebyobukaba nabangi, nomubiri omutukuvu gukuvudeko? bwokola obubi lwosanyuka. Mukama yakutuma erinya nti Omuzeituni ogwera, omulungi nga guliko ebibala ebirungi: nedobozi eryoluyogano olunene agukumyeko omuliro, namatabi gagwo gamenyese. Kubanga Mukama wegye eyakusimba akwogedeko obubi, olwobubi obwenyumba ya Isiraeri nobwenyumba ya Yuda bwebekolera nga bansunguwaza olwokwotereza Baali obubane.

Awo Mukama naki'manyisa nenkimanya: awo nolyoka ondaga ebikolwa byabwe. Naye nali ngomwana wendiga omuwombefu etwalibwa okutibwa; so samanya nga bansalide enkwe,

10 11 12 13 14 15 16 17 18 19

(nga bogera nti) Tuzikirize omuti wamu nebibala byagwo, tumuzikirize munsi eyabalamu, erinya-
20 lye baleme okulijukira nate. Naye, ai Mukama wegye, asala emisango egyensonga, akema ememe nomutima, ndabe egwanga lyoliwalana kubo:
21 kubanga gwe ntegezeza ensonga yange. Mukama kyava ayogera bwati ebyabasaja Abanasosi abanonya obulamubwo nga bogera nti Tolaguliranga mu linya lya Mukama, oleme okufa nomukono
22 gwafe: Mukama wegye kyava ayogera bwati nti Laba, ndibabonereza: abavubuka balifa nekitala; batabani babwe ne bawala babwe balifa nenjala;
23 so tebaliba nabalif·kawo: kubanga ndireta obubi ku basaja Abanasosi, gwe mwaka mwebalijirirwa.

12

1 Oli mutukirivu, ai Mukama, bwempoza nawe: era naye nandinyonyodemu nawe ensonga: ekubo eryababi lirabira ki omukisa? batererera ki
2 abo bona abalimbalimba enyo? Wabasimba, wewawo, basimbye emizi; bamera, wewawo, babala ebibala: oli kumpi mu kamwa kabwe,
3 oli wala nememe yabwe. Naye gwe, ai Mukama, o'manyi; ondaba nokema omutima gwange (bwegufanana) gyoli: basike ngendiga ezokusalibwa,
4 obategekere olunaku olwokutirako. Ensi eritusa wa okuwubala, nemido egyo munsi yona negiwotoka? olwobubi bwabo abagirimu ensolo kyeziva zimalibwawo nenyonyi; kubanga bayogera nti
5 Taliraba nkomerero yafe ya luvanyuma. Obanga odukide wamu nabatambula nebigere nebakukoyesa, kale oinza otya okuwakana nembalasi? era newakubade nga wegolode munsi eyemirembe, naye olikola otya mu malala ga Yolidani?
6 Kubanga era ne bagandabo nenyumba ya kitawo, era nabo, bakulimbyelimbye; era nabo balangi-

ri'za enyumawo : tobakirizanga newebakugamba
ebigambo ebirungi.
Ndese enyumba yange, nsude obusika bwange ; 7
mpadeyo oyo ememe yange gweyagala enyo nyini
mu mukono gwabalabebe. Obusika bwange 8
bufuse gyendi ngempologoma mu kibira : aimu-
si'za edobozirye kunze ; kyenvude mukyawa.
Obusika bwange buli gyendi ngenyonyi ei'ga 9
eyamabala ? enyonyi ezii'ga zimulumbye enjuwi
zona ? mugende mukunganye ensolo zona ezo-
munsiko, muzirete zirye. Abasumba bangi 10
bononye olusuku lwange olwemizabibu, balinyi-
ride omugabo gwange nebigere, omugabo gwange
ogusanyusa bagufude lukola omutali muntu.
Bagufude matongo ; guwubala gyendi nga gule- 11
kedwayo ; ensi yona efuse matongo, kubanga
tewali muntu agisako mwoyo. Abanyazi batuse 12
ku nsozi zona ezobweru mu lukola : kubanga
ekitala kya Mukama kirya okuva ku nkomerero
yensi okutuka ku nkomerero yensi : tewali
kintu ekirina omubiri ekirina emirembe. Basiga 13
engano, bakungude amagwa ; berumya bo be
nyini, so tebaliko kyebagasi'za : era mulikwa-
tibwa ensonyi olwebibala byamwe olwekiruwi
kya Mukama.
Bwati bwayogera Mukama eri baliranwa bange 14
bona ababi abakoma ku busika bwenasisa abantu
bange Isiraeri nti Laba, ndibasimbula munsi
yabwe, era ndisimbula enyumba ya Yuda wakati
mubo. Awo olulituka bwendiba nga maze oku- 15
basimbula, ndikomawo nembakwatirwa ekisa ;
era ndibakomyawo buli muntu mu busikabwe na
buli muntu munsi yewabwe. Awo olulituka 16
bwebalinyikira okuiga amakubo gabantu bange,
okulaira erinya lyange nti Nga Mukama bwali
omulamu ; era nga bwebaigirizanga abantu
bange okulaira Baali ; awo balizimbibwa wakati

17 mu bantu bange. Naye bwebatalikiriza kuwulira, awo ndisimbula egwanga eryo, nga nsimbula era nga nkizikiriza, bwayogera Mukama.

13

1 Bwati Mukama bweyangamba nti Genda wegulire olukoba olwediba, wesibe mu kiwato-
2 kyo, so tolunyika mu ma'zi. Awo nenegulira olukoba, ngekigambo bwekyali ekya Mukama,
3 nendwesiba mu kiwato kyange. Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira omulundi ogwokubiri
4 nga kyogera nti Dira olukoba lwewagula oluli mu kiwatokyo, ogolokoke ogende ku Firati,
5 olukisize eyo mu kinya ekyomulwazi. Awo nengenda nendukwekera ku Firati, nga Mukama
6 bweyandagira. Awo olwatuka enaku nyingi nga ziisewo Mukama nangamba nti Golokoka ogende ku Firati ogyeyo olukoba lwenakulagira
7 okulukisiza eyo. Awo nengenda ku Firati nensima nenziya olukoba mu kifo mwenali ndukisi'za: awo, laba, olukoba nga lwononese,
8 nga teruliko kyerugasa. Awo ekigambo kya
9 Mukama nekinjijira nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama nti Bwentyo bwendyonona amalala ga Yuda namalala amangi aga Yeru-
10 salemi. Abantu bano ababi abagana okuwulira ebigambo byange, abatambulira mu bukakanyavu bwomutima gwabwe, era bagoberede bakatonda abalala okubawereza nokubasinza, baliberera
11 dala ngolukoba luno olutaliko kyerugasa. Kuba olukoba nga bwerwegata nekiwato kyomuntu, bwentyo bwenegasa nange enyumba yona eya Isiraeri nenyumba yona eya Yuda, bwayogera Mukama; balyoke babere gyendi gwanga era erinya era etendo era ekitibwa: naye nebataya-
12 gala kuwulira. Kyoliva obagamba ekigambo kino nti Bwati bwayogera Mukama, Katonda wa

Isiraeri, nti Buli kita kirijula mwenge: nabo balikugamba nti Tetumanyi nga buli kita kirijula mwenge? Awo nolyoka obagamba nti Bwati bwayogera Mukama nti Laba, ndijuza obutamivu bona abali munsi eno, bakabaka abatula ku ntebe ya Daudi, ne bakabona, ne banabi, ne bona abali mu Yerusalemi. Era ndibatandagira omuntu ne mune, bakitabwe ne batabani babwe wamu, bwayogera Mukama: sirisasira so sirisonyiwa so sirikwatibwa kisa, neme okubazikiriza.

Muwulire, mutege amatu; temuba na malala: kubanga Mukama ayogede. Mumuwe Mukama Katonda wamwe ekitibwa, nga tanaleta kizikiza era ngebigere byamwe tebinaba kwesitalira ku nsozi ezekizikiza; era nga bwemusubira omusana, nagufula ekisikirize ekyokufa nagudugaza okuba ekizikiza ekikute. Naye bwemutalikiriza kuwulira, ememe yange erikaba amaziga kyama olwamalala (gamwe); namaso gange galikaba nyo amaziga, negakulukuta amaziga, kubanga ekisibo kya Mukama kikwatidwa. Gamba kabaka ne namasole nti Mwetowaze mutule wansi: kubanga ebiremba byamwe bikakanye, engule eyekitibwa kyamwe. Ebibuga ebyebukika obwadyo bigadwawo, so tewali wa kubigulawo: Yuda atwalidwa yena nga musibe; yena atwalidwa dala nga musibe.

Muimuse amaso gamwe mulabe abo abava ebukika obwa kono: ekisibo kyewawebwa kirirudawa, ekisibokyo ekirungi? Olyogera otya, bwalikutekako mikwanogyo okuba omutwe, kubanga gwe we nyini gwe wabaigiriza okukukola obubi? obuinike tebulikukwata ngomukazi alumwa okuzala? Era bwonoyogerera mu mutimagwo nti Ebigambo bino binjijiride ki? olwobutali butukirivubwo kubanga bungi, ebirengebyo kyebivude bibikulwako, nebisinzirobyo

23 bigirirwa ekyejo. Omwesiyopya ainza okuwanyisa
omubirigwe, oba ngo mabala gayo? kale namwe
muinza okukola obulungi abamanyira okukola
24 obubi. Kyendiva mbasasanya ngebisasiro ebiva-
25 wo olwembuyaga ezomulukola. Kano ke kalu-
luko, omugabo gwenakugerera, bwayogera
Mukama; kubanga wanerabira newesiga obu-
26 limba. Nange kyendiva mbikula ku birengebyo
27 ku masogo, nensonyizo zirimbika. Nalaba
emizizogyo, obwenzibwo nokubeberakwo, obukaba
obwokwendakwo, ku nsozi ezomutale. Zikusa-
nze, ai Yerusalemi! toyagala kulongosebwa;
ebyo biritusa wa okubawo nate?

14

1 Ekigambo kya Mukama ekyajira Yeremiya
ekyanda bwekiri.
2 Yuda awubala, nenzigi zayo ziyongobera,
batula ku taka nga bambade ebidugala; noku-
3 kaba kwa Yerusalemi kulinye. Nabakungu
babwe batuma abana babwe abato emuga: ba-
tuka ku binya, nebatasangamu ma'zi; badayo
ensuwa zabwe nga njerere: ensony zibakwata,
4 baswala, babika ku mitwe gyabwe. Olwetaka
eryatise, kubanga enkuba tetonyanga munsi,
abalimi kyebava bakwatibwa ensonyi, babika
5 ku mitwe gyabwe. Wewawo, nempeyo eri ku
tale ezala, nereka omwana (wayo) olwobutabawo
6 mudo. Nentulege ziimirira ku nsozi ezobweru,
ziwejerawejera empewo ngebibe; amaso gazo
gaziba olwobutabawo ebimera.
7 Obutali butukirivu bwafe newakubade nga bu-
tulumiriza, kola omulimu olwerinyalyo, ai Mu-
kama: kubanga okuda kwafe enyuma kungi;
8 twakwonona. Ai gwe esubi lya Isiraeri, amulo-
kolera mu biro ebyokulabiramu enaku, wandi-
berede ki ngomuise munsi, era ngomutambuze

akyama okukesa obude? Wandiberede ki ngomuntu asamaliride, ngomusaja owamanyi atainza kulokola? era naye gwe, ai Mukama, oli wakati mufe, nafe tutumidwa erinyalyo; totuleka. 9

Bwati Mukama bwagamba abantu bano nti Bwebatyo bwebayagalanga okuwaba; tebaziizanga bigere byabwe: Mukama kyava alema okubakiriza; kakano anajukira obutali butukirivu bwabwe, era anabonereza ebibi byabwe. Awo Mukama nangamba nti Tosabira bantu bano bawebwe ebirungi. Bwebanasibanga, siwulirenga kukaba kwabwe; era bwebanawangayo ebiwebwayo ebyokebwa nebitone, sibakirizenga: naye ndibazikiriza nekitala nenjala ne kawumpuli. Awo nendyoka njogera nti Wowe, Mukama Katonda! laba, banabi babagamba nti Temuliraba kitala so temuliba na njala; naye ndibawa emirembe egyenkalakalira mu kifo kino. Awo Mukama nalyoka angamba nti Banabi balagulira ebyobulimba mu linya lyange: sabatuma so sabalagira so sayogera nabo: babalagula okwolesebwa okwobulimba nobulaguzi nekigambo ekitalimu nobukusa obwomumutima gwabwe bo. Mukama kyava ayogera bwati ebya banabi abalagulira mu linya lyange so sabatuma, naye nebogera nti Ekitala nenjala tebiriba munsi eno: nti Ekitala nenjala bye birizikiriza banabi abo. Nabantu bebalagula balisulibwa mu ngudo Ezeyerusalemi olwenjala nekitala; so tebaliba nabalibazika, bo ne bakazi babwe newakubade batabani babwe newakubade bawala babwe: kubanga ndifuka kubo obubi bwabwe. Era olibagamba ekigambo kino nti Amaso gange gakulukute amaziga emisana nekiro so galeme okulekayo; kubanga omuwala wabantu bange atamanyi musaja awagudwamu ekituli kinene, ekiwundu 10 11 12 13 14 15 16 17

18 kibi nyo nyini. Bwenafuluma mu tale, awo, laba, aba'tidwa nekitala! era bwenaingira mu kibuga, awo, laba, abo abalwade olwenjala! kubanga nabi era ne kabona batambulira munsi so tebalina kumanya.

19 Oganide dala Yuda? ememeyo etamidwa Sayuni? otufumitide ki, so tewali dagala lya kutuwonya? Twasubira emirembe, naye newataba birungi ebyaja; nebiro ebyokuwonyeze-

20 bwamu, awo, laba, okukengentererwa! Ai Mukama, tukiriza obubi bwafe nobutali butukirivu

21 bwa bajaja bafe: kubanga twakwonona. Totutamwa olwerinyalyo; tovumisa ntebe ya kitibwakyo: jukira, tomenya ndagano gyewalagana

22 nafe. Mu birerya byabamawanga mulimu ebiinza okutonyesa enkuba? oba egulu liinza okuleta empandagirize? sigwe wuyo, ai Mukama Katonda wafe? kyetuliva tukulindirira gwe; kubanga gwe wabikola ebyo byona.

15

1 Awo Mukama nalyoka angamba nti Musa ne Samuiri newakubade nga baimiride mu maso gange, era ememe yange teyandiinziza kutunulira bantu bano: bagobe mu maso gange, bavewo.

2 Awo olulituka bwebalikugamba nti Tunada wa nga tuvudewo? awo nobagamba nti Bwatyo bwayogera Mukama nti Aboku'tibwa (bagende) eri oku'tibwa; nabekitala eri ekitala; nabenjala

3 eri enjala; nabokusibibwa eri okusibibwa. Era ndibatekerawo engeri nya, bwayogera Mukama: ekitala oku'ta, nembwa,okutagula, nenyonyi ezomubanga, nensolo ezomunsi, okulya nokuzikiriza.

4 Era ndibawayo okuyugumizibwa eruwi neruwi mu bwakabaka bwona obwensi, olwa Manase mutabani wa Kezekiya kabaka wa Yuda olwekyo

5 kyeyakolera mu Yerusalemi. Kubanga ani ali-

kusasira, gwe Yerusalemi? oba ani alikukungubagira? oba ani alikyama okubuza ebifa gyoli?
Onganyi, bwayogera Mukama, oze enyuma: 6
kyenvude nkugololerako omukono gwange nenkuzikiriza; nkoye okwejusa. Era nabawujira 7
nekiwujo mu mizigo egyensi; mbagyeko abana, nzikiri'za abantu bange; tebadanga okuva mu makubo gabwe. Banamwandu babwe beyongede 8
gyendi okusinga omusenyu ogwenyanja: ndese kubo ku nyina wabalenzi omunyazi mu tuntu: mugwisizako obubalagaze nebitisa nga tamanyiride. Eyazala omusanvu ayongobera; atade 9
obulamu; enjubaye egude nga bukyali bwa misana; akwatidwa ensonyi, aswade: nabalifikawo kubo ndibagabula eri ekitala mu maso gabalabe babwe, bwayogera Mukama.

Zinsanze, nyabo, kubanga wanzala nga ndi 10
musaja wa nyombo era owempaka eri ensi zona! siwolanga lwa magoba, so nabantu tebampolanga lwa magoba; (naye) buli muntu kubo ankolimira.
Mukama yayogera nti Mazima ndikuwa amanyi 11
olwobulungi; mazima ndikwegairiza omulabe mu biro ebyokulabiramu enaku ne mu biro ebyokubonyabonyezebwamu.

Omuntu ainza okumenya ekyuma, ekyuma 12
ekiva ebukika obwa kono, nekikomo? Ebintu- 13
byo nobugagabwo ndibiwayo okuba omunyago awatali muwendo, olwebibibyo byona, mu nsalozo zona. Era ndibiisa wamu nabalabebo oku- 14
genda munsi gyotomanyi: kubanga omuliro gukute olwobusungu bwange ogulibakirako.

Ai Mukama, gwomanyi: njijukira onjijire, 15
ompalanire egwanga kwabo abanjiganya; tonzigyirawo dala olwokugumikirizakwo: manya nga nvumidwa okunanga gwe. Ebigambobyo byala- 16
bika nembirya; nebigambobyo byali gyendi sanyu nokusanyuka kwomutima gwange: ku-

banga ntumidwa erinyalyo, ai Mukama Katonda
17 owegye. Satula mu kunganiro lyabo abebinyumu,
so sasanyuka: natula nzeka olwomukonogwo;
18 kubanga onjijuziza okunyiga. Obulumi bwange
buberera ki obwoluberera, nekiwundu kyange
kiberera ki ekitawonyezeka, ekigana okulogebwa?
kazi oliba gyendi (ngakaga) akalimba, ngama'zi
agagwawo?
19 Mukama kyava ayogera bwati nti Bwolikomawo, awo ndiku'za olyoke oimirire mu maso
gange; era bwolyawula ebyomuwendo omungi
okubigya mwebyo ebitagasa, oliba ngakamwa
kange: balida gyoli naye gwe todanga gyebali.
20 Era ndikufula eri abantu bano bugwe owekikomo
aliko enkomera; era balirwana nawe, naye tebalikuwangula: kubanga nze ndi wamu nawe okukulokola nokukuwonya, bwayogera Mukama.
21 Era ndikuwonya mu mukono gwababi, era ndikununula okukugya mu mukono gwabentisa.

16

1 Era ekigambo kya Mukama nekija gyendi nga
2 kyogera nti Towasanga mukazi, so tozalira bana
ba bulenzi newakubade abobuwala mu kifo kino.
3 Kubanga Mukama bwayogera bwati ebyabana
abobulenzi nabobuwala abazalirwa mu kifo kino
nebya banyabwe ababazala nebya bakitabwe aba-
4 bazalira munsi muno, nti Balifa bubi; tebalikungubagirwa so tebalizikibwa; baliba ngobusa
ku maso getaka: era balimalibwawo nekitala
nenjala; nemirambo gyabwe giriba mere ya
5 nyonyi ezomubanga era ya nsolo ezomunsi. Kubanga bwati bwayogera Mukama nti Toingira
mu nyumba mwebakungubagira, so togenda kukuba biwobe, so tobakabira: kubanga nziye emirembe gyange ku bantu bano, bwayogera Mukama, (mbagyeko) ekisa nokusasira okulungi.

Abakulu era nabato balifira munsi eno: tebalizi- 6
kibwa so nabantu tebalibakungubagira, so teba-
lyesula, so tebalibamwera: so abantu tebalibabe- 7
gera (mere) nga babakabira, okubakubagiza olwa-
bafu; so abantu tebalibawa ndeku ya kusanyusa
okunywa olwa kitabwe oba olwa nyabwe. So 8
toliingira mu nyumba mwebalira embaga, oku-
tula nabo, okulya nokunywa. Kubanga bwati 9
bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri,
nti Laba, ndikomya mu kifo kino mu maso
gamwe namwe nga mukyali balamu edobozi ery-
ebinyumu nedobozi eryokusanyuka, edobozi ery-
awasa omugole nedobozi lyomugole. Awo olulı- 10
tuka bwolitegeza abantu bano ebigambo bino
byona, bo nebakugamba nti Kiki ekimwogezeza
Mukama obubi buno bwona obunene eri fe? oba
atulanga ki? oba kyonono ki kyetwononye Mu-
kama Katonda wafe? awo nolyoka obagamba nti 11
Kubanga bajaja bamwe banvako, bwayogera Mu-
kama, nebatambula okugoberera bakatonda aba-
lala nebabawereza nebabasinza nebava kunze, so
tebakwata mateka gange; namwe mwakola bubi 12
okusinga bajaja bamwe; kubanga, laba, mu-
tambula buli muntu ngobukakanyavu bwomuti-
magwe omubi bwebuli nokuwulira nemutampu-
lira: kyendiva mbagoba munsi eno okugenda 13
munsi gyemutamanyanga, mwe newakubade ba-
jaja bamwe; era muliwerereza eyo bakatonda
abalala emisana nekiro; kubanga siribalaga kisa
na katono.

Kale, laba, enaku zija, bwayogera Mukama, 14
lwebatakyayogera nti Nga Mukama bwali omu-
lamu eyagya abana ba Isiraeri munsi Yemisiri;
naye nti Nga Mukama bwali omulamu eyagya 15
abana ba Isiraeri munsi eyebukika obwa kono ne
mu matwale gona gyeyali abagobede: era ndiba-
komyawo munsi yewabwe gyenawa bajaja babwe.

16 Laba, nditumya abavubi bangi, bwayogera Mukama, era balibavuba; oluvanyuma nditumya abai'zi bangi, era balibai'ga okubagya ku buli lusozi ne ku buli kasozi, ne mu binya ebyomu-
17 mainja. Kubanga amaso gange gatunulira amakubo gabwe gona: tegakisibwa bwenyi bwange, so nobutali butukirivu bwabwe tebukwekebwa
18 maso gange. Era okusoka ndisasula obutali butukirivu bwabwe nekibi kyabwe emirundi ebiri; kubanga bayonona ensi yange nemirambo egyebintu byabwe ebyebive, era bajuziza obusika
19 bwange emizizo gyabwe. Ai Mukama, amanyi gange era ekigo kyange, era obudukiro bwange ku lunaku olwokulabiramu enaku, eri gwe amawanga gyegalija nga bava ku nkomerero zensi, era balyogera nti Bajaja bafe basikira obulimba bwerere, ebirerya nebigambo ebitaliko kyebigasa.
20 Omuntu alyekolera bakatonda, era abatali baka-
21 tonda? Kale, laba, ndibamanyisa, omulundi guno gwoka ndibamanyisa omukono gwange namanyi gange; era balimanya ngerinya lyange Yakuwa.

17

1 Ekibi kya Yuda kyawandikibwa nekalamu eyekyuma nejinja erya alimasi esongovu: kyayolebwa ku kipande ekyomutima gwabwe, ne ku
2 mayembe gebyoto byamwe; abana babwe nga bwebajukira ebyoto byabwe ne bāsera babwe
3 awali emiti egimera ku nsozi empanvu. Ai olusozi lwange oluli mu nimiro, ndigabula ebintubyo nobugagabwo bwona okuba omunyago, nebifobyo ebigulumivu olwokwonona, mu nsalozo zona.
4 Nawe olivamu kububwo weka mu busikabwo bwenakuwa; era ndikuwerezesa abalabebo munsi gyotomanyi: kubanga mukumye omuliro mu busungu bwange obulyaka emirembe gyona.

Bwati bwayogera Mukama nti Akolimidwa 5
omusaja oyo eyesiga abantu, nafula omubiri
okuba omukonogwe, nomutimagwe guva ku Mu-
kama. Kubanga alifanana omwolola oguli mu 6
dungu, so taliraba ebirungi bwebirija ; naye ali-
bera mu biwalakate mu dungu, ensi eyomunyo
so eterimu bantu. Alina omukisa omusaja oyo 7
eyesiga Mukama, era Mukama lye subirye.
Kubanga aliba ngomuti ogwasimbibwa awali 8
ama'zi, negulanda emizi gyagwo awali omuga, so
tegulitya musana bwegwaka enyo, naye amala-
gala gagwo galiyera ; so tegulyeralikiriririra mu
mwaka ogwekyeya, so tegulirekayo kubala bibala.
Omutima mulimba okusinga ebintu byona, era 9
gulwade endwade etewonyezeka : ani ainza oku-
gumanya? Nze Mukama nkebera omutima, 10
nkema ememe, okumuwa buli muntu ngamaku-
boge bwegali, ngebibala bwebiri ebyebikolwabye.
Ngenkwale bwekunganya (obwana) bwetezalanga, 11
bwatyo bwabera oyo afuna obugaga so si lwa
mazima ; enakuze nga zikyali za kitundu buli-
muvako, ne ku nkomereroye aliba musirusiru.
Ekifo ekyawatukuvu wafe ye ntebe eyekitibwa 12
eyagulumizibwa okuva ku luberyeberye. Ai 13
Mukama, esubi lya Isiraeri, bona abakuvako
balikwatibwa ensonyi ; abansenguka baliwandi-
kibwa ku taka, kubanga bavude ku Mukama,
olu'zi olwama'zi amalamu. Mponya, ai Mukama, 14
awo lwenawona ; ndokola, awo lwenalokoka :
kubanga gwoli tendo lyange. Laba, bangamba 15
nti Ekigambo kya Mukama kirirudawa? kije no.
Nze kubwange seyuna obutaba musumba enyu- 16
mawo ; so segombanga olunaku olwokulabiramu
enaku ; gwomanyi : ekyava mu mimwa gyange
kyabanga mu masogo. Tobera ntisa gyendi : 17
gwoli budukiro bwange ku lunaku olwokulabira-
mu obubi. Bakwatibwe ensonyi abo abanjiganya, 18

naye nze neme okukwatibwa ensonyi; bo bakengentererwe, naye nze neme okukengentererwa: baleteko olunaku olwokulabiramu obubi, obazikirize okuzikirira okwemirundi ebiri.

19 Bwati Mukama bweyangamba nti Genda oimirire mu mulyango ogwabana babantu, bakabaka ba Yuda mwebaingirira era mwebafulumira ne
20 mu miryango gyona Egyeyerusalemi; obagambe nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe bakabaka ba Yuda, ne Yuda yena ne bona abali mu Yerusalemi, abaingirira mu miryango gino:
21 bwati bwayogera Mukama nti Mwekume muleme okusituliranga ku lunaku lwa sabiti omugugu gwona, so temuguingirizanga mu miryango Egye-
22 yerusalemi; so temugyanga mugugu mu nyumba zamwe ku lunaku olwa sabiti, so temukolanga mulimu gwona: naye mutukuzanga olunaku
23 olwa sabiti nga bwenalagira bajaja bamwe; naye nebatawulira so tebatega kutu kwabwe, naye nebakakanyaza ensingo yabwe baleme okuwulira
24 era baleme okukiriza okuigirizibwa. Awo olulituka, bwemulinyikira okumpulira, bwayogera Mukama, obutaletanga mugugu gwona okuguisa mu miryango gyekibuga kino ku lunaku olwa sabiti, naye bwemulitukuza olunaku olwa sabiti
25 obutalukolerangamu mulimu gwona; awo mu miryango gyekibuga kino munaingirangamu bakabaka nabalangira abatude ku ntebe ya Daudi, nga bali ku magali era nga bebagade embalasi, bo nabakungu babwe, abasaja ba Yuda nabaliba mu Yerusalemi: nekibuga kino kiriba kya lube-
26 rera. Era balija nga bavude mu bibuga bya Yuda ne mu bifo ebyetolode Yerusalemi ne munsi ya Benyamini ne munsi eyensenyi ne ku nsozi ne mu bukika obwadyo, nga baleta ebiwebwayo ebyokebwa nesadaka nebitone nomugavu, era nga baleta (sadaka) ezokwebaza mu nyumba ya Mukama.

Naye bwemutalimpulira okutukuza olunaku olwa 27
sabiti, obutatwalanga mugugu newakubade okuingirira mu miryango Gyeyerusalemi ku lunaku olwa sabiti ; awo ndikumira omuliro mu miryango gyakyo, era gulyokya amayumba Ageyerusalemi, so tegulizikizibwa.

18

Ekigambo ekyajira Yeremiya okuva eri Mu- 1
kama nti Golokoka oserengete eri enyumba 2
eyomubumbi, era eyo gyenakuwuliriza ebigambo byange. Awo nenserengeta eri enyumba eyo- 3
mubumbi, awo, laba, ngakolera omulimugwe ku banamuziga. Awo ekintu kyeyali akola nebumba 4
bwekyayononekera mu mukono gwomubumbi, nakibumba nate okuba ekintu ekirala ngomubumbi bweyasima okukibumba.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 5
kyogera nti Ai enyumba ya Isiraeri, nze siinza 6
kubakola ngomubumbi ono? bwayogera Mukama. Laba, ebumba nga bweriri mu mukono gwomubumbi, namwe bwemuli bwemutyo mu mukono gwange, ai enyumba ya Isiraeri. Bwendiba nga 7
njogede ku gwanga ne ku bwakabaka, okusimbula nokumenya nokuzikiriza ; egwanga eryo lyenjo- 8
gedeko bweririkyuka okuleka obubi bwabwe, ndyejusa obubi bwenali ndowoza okubakola. Bwendiba nga njogede ku gwanga ne ku bwaka- 9
baka, okulizimba nokulisimba ; bweririkola obubi 10
mu maso gange, obutawulira dobozi lyange, awo ndyejusa obulungi bwenayogera okukola okubagasa. Kale no gamba abasaja ba Yuda nabali 11
mu Yerusalemi nti Bwati bwayogera Mukama nti Laba, mbatesezako obubi era mbasalira amagezi : mukomewo no buli muntu ngava mu kubolye ebi, mulongose amakubo gamwe nebikolwa byamwe. Naye nebogera nti Tewali subi : ku- 12

banga tunatambulanga okugoberera ebyo byetwagunja fe, era tunakolanga buli muntu ngobukakanyavu bwomutimagwe omubi bwebuli.

13 Mukama kyava ayogera bwati nti Mubuze no
mu mawanga eyali awulide ebigambo ebyenkana
awo ; omuwala wa Isiraeri akoze ekigambo ekye-
14 kive enyo. Omuzira oguli ku Lebanoni guligwe-
rawo ku lwazi olwokutale? ama'zi amanyogovu
15 agakulukuta agava ewala galikalira? Kubanga
abantu bange banerabide, bokere'za obubane ebi-
talimu ; era babesitazi'za mu makubo gabwe, mu
makubo ageda, okutambulira mu mpenda, mu
16 kubo eritali sende ; okufula ensi yabwe ekyewu-
nyo nokusozebwa enaku zona ; buli muntu ana-
itangawo anewunyanga nanyenya omutwegwe.
17 Ndibasasanya nga nembuyaga eziva ebuvanjuba
mu maso gomulabe ; nditunulira amabega gabwe
so si maso gabwe ku lunaku mwebalirabira obui-
nike.

18 Awo nebalyoka bogera nti Muje tumusalire
Yeremiya amagezi ; kubanga amateka tegalibula
awali kabona, newakubade okutesa awali owa-
magezi, newakubade ekigambo awali nabi. Muje
tumukube nolulimi, tuleme okusayo omwoyo eri
ebigambobye nekimu.

19 Sayo omwoyo eri nze, ai Mukama, owulire
20 edobozi lyabo abampakanya. Obubi bulisasulwa
olwobulungi? kubanga basimide ememe yange
ekinya. Jukira bwenaimirira mu masogo
okubogerera bo ebirungi okukyusa ekiruwikyo
21 kibaveko. Kale wayo abana babwe eri enjala,
obagabule eri obuinza obwekitala ; bakazi babwe
bafirwe abana babwe era babe banamwandu ;
nabasaja babwe batibwe, nabalenzi babwe
22 bafumitibwe nekitala mu lutalo. Okukaba
kuwulirwe okuva mu nyumba zabwe, bwoli-
baletako ekibina nga tebamanyiride : kubanga

basimye ekinya okunkwata, era bakwekede ebigere byange ebyambika. Era naye, Mukama, gwomanyi byona byebatesa okunzita; tosonyiwa bubi bwabwe, so tosangula kwonona kwabwe mu masogo: naye basulibwe mu masogo; obabonereze mu kisera ekyobusungubwo. 23

19

Bwati bwayogera Mukama nti Genda ogule ensumbi eyebumba eyomubumbi, otwale ku bakade babantu ne ku bakade ba bakabona; ofulume okugenda mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu ekiri awaingirirwa mu muzigo Kalasisi, olangirire eyo ebigambo byenakugamba: oyogere nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe bakabaka ba Yuda namwe abali mu Yerusalemi; bwatyo bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndireta obubi ku kifo kino, obulyamiriza amatu ga buli muntu alibuwulira. Kubanga bandekawo nebakafiza ekifo kino, nebotereza omwo bakatonda abalala obubane, bebatamanyanga, bo ne bajaja babwe ne bakabaka ba Yuda; era bajuza ekifo kino omusai ogutaliko musango; era bazimba ebifo ebigulumivu ebya Baali okwokya batabani babwe mu muliro okuba ebiwebwayo ebyokebwa eri Baali; kyesiragiranga so sakyogera so tekyaingira mu mwoyo gwange: kale, laba, enaku zija, bwayogera Mukama, ekifo kino lwekitakyaitibwa nti Tofesi newakubade nti Kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, naye nti Kiwonvu ekyokutirwamu. Era ndita okutesa kwa Yuda ne Yerusalemi mu kifo kino; era ndibagwisa nekitala mu maso gabalabe babwe, era nomukono gwabo abanonya obulamu bwabwe: nemirambo gyabwe ndigigabula okuba ebyokulya eri enyonyi ezomubanga neri ensolo ezomunsi. Era ndifula 1 2 3 4 5 6 7 8

ekibuga kino ekyewunyo era okusozebwa; buli aliitawo alyewunya nasoza olwebibonobono
9 byakyo byona. Era ndibalisa omubiri gwa batabani babwe nomubiri gwa bawala babwe, era balirya buli muntu omubiri gwa mukwanogwe mu kuzingizibwa ne mu kunyigirizibwa abalabe babwe nabo abanonya obulamu bwabwe kwebali-
10 banyigiriza. Awo nolyoka omenya ensumbi eyo,
11 abasaja abagenda nawe nga balaba, nobagamba nti Bwati bwayogera Mukama wegye nti Era bwentyo bwendimenya abantu bano nekibuga kino ngomuntu bwamenya ekintu ekyomubumbi ekitainzika kuyungibwa nate: era balizikira mu Tofesi okutusa lwewatalibawo banga lya kuzi-
12 kamu. Bwentyo bwendikola ekifo kino, bwayogera Mukama, nabakitulamu, nga nfula ekibuga
13 kino okuba nga Tofesi: nenyumba Ezeyerusalemi nenyumba za bakabaka ba Yuda ezononese ziriba ngekifo Tofesi, enyumba zona zebayoterezangako wagulu obubane egye lyona eryegulu, nebafukira bakatonda abalala ebiwebwayo ebyokunywa.
14 Awo Yeremiya naja ngava Etofesi Mukama gyeyali amutumye okulagula; naimirira mu lugya olwenyumba ya Mukama, nagamba abantu
15 bona nti Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndireta ku kibuga kino ne ku mbuga zakyo zona obubi bwona bwenakyogerako; kubanga bakakanyaziza ensingo yabwe baleme okuwulira ebigambo byange.

20

1 Awo Pasula mutabani wa Imera kabona, eyali omwami omukulu owomunyumba ya Mukama,
2 nawulira Yeremiya ngalagula ebyo. Awo Pasula nakuba Yeremiya nabi namusiba mu nvuba eyali

mu muzigo ogwengulu ogwa Benyamini ogwali
mu nyumba ya Mukama. Awo olwatuka enkya 3
Pasula nagya Yeremiya mu nvuba. Awo Yeremiya namugamba nti Mukama takutumye linyalyo Pasula wabula Magolamisabibu.
Kubanga bwati bwayogera Mukama nti Laba, 4
ndikufula ekyentisa eri gwe we nyini neri mikwanogyo bona: era baligwa nekitala ekyabalabe babwe, namasogo galikiraba: era ndiwa Yuda yena mu mukono gwa kabaka Webabuloni, naye alibatwala Ebabuloni nga basibe, era alibata nekitala. Era nate ndiwa obugaga bwona 5
obwomukibuga kino namagoba gamu gona nebintu byamu byona ebyomuwendo omungi, wewawo, ebintu byona ebya bakabaka ba Yuda ndibiwa mu mukono gwabalabe babwe, abalibanyaga nebabakwata nebabatwala Ebabuloni.
Nawe, Pasula, nabo bona abali mu nyumbayo 6
baligenda mu busibe: era olituka Ebabuloni, era olifira eyo, era olizikirwa eyo, gwe nemikwanogyo bona bewalagula ebyobulimba.

Ai Mukama, wanimba nze nenimbibwa: 7
onsinga nze amanyi era owangude: nfuse ekisekererwa okuzibya obude, buli muntu ankudalira.
Kubanga buli lwenjogera, njogerera wagulu; 8
njogerera wagulu nti Ekyejo nokunyaga: kubanga ekigambo kya Mukama bakifula ekivume gyendi
nekyokusekerera okuzibya obude. Era bwenjogera 9
nti Simwogereko so sikyayogerera mu linyalye, awo mu mutima gwange muba ngomuliro ogwaka ogusibibwa mu magumba gange, era nga nkoye okuzibikiriza so siinza (kuberera awo). Kubanga 10
mpulide okulyolyoma kwabangi, entisa enjuwi zona. Mulope, nafe tunamulopa (bwebogera) mikwano gyange enyo bona, bo abalabirira okuwenyera kwange; mpozi anasendebwasendebwa, nafe tunamuwangula, era tulimuwalanako

11 egwanga. Naye Mukama ali nange ngowamanyi
owentisa: abanjiganya kyebaliva besitala so
tebaliwangula: baliswala nyo, kubanga teba-
koze bya magezi, balikwatibwa ensonyi ezitali-
12 gwawo ezitalyerabirwa enaku zona. Naye, ai
Mukama wegye, akema omutukirivu, alaba
ememe eyomunda, ndabe egwangalyo lyoliwalana
kubo; kubanga nkubikulide ensonga yange.
13 Muimbire Mukama, mutendereze Mukama: kuba-
nga awonye'za ememe yoyo eyetaga mu mukono
gwabo abakola obubi.
14 Olunaku kwenazalirwa lukolimirwe: olunaku
mange kweyanzalira luleme okuwebwa omukisa.
15 Akolimirwe oyo eyamuletera kitange ebigambo
nti Ozalidwa mwana wa bulenzi; ngamusanyusa
16 nyo. Era omusaja oyo abere ngebibuga Mukama
byeyasula natenenya: awulire okukaba enkya,
17 nokwogerera wagulu mu tuntu; kubanga teya-
nzita bwenava mu lubuto; bwatyo mange yandi-
bade entana yange, nolubutolwe lwandibade
18 lukulu enaku zona. Navira ki mu lubuto okulaba
okutegana nobuinike, enaku zange zimalibwewo
olwensonyi?

21

1 Ekigambo ekyaja eri Yeremiya okuva eri
Mukama kabaka Zedekiya bweyamutumira
Pasula mutabani wa Malikiya ne Zefaniya
mutabani wa Maaseya kabona ngayogera nti
2 Nkwegairide, tubulize eri Mukama; kubanga
Nebukadineza kabaka Webabuloni atutabala:
mpozi Mukama anatukola ngebikolwabye byona
ebyekitalo bwebiri, atuveko.
3 Awo Yeremiya nabagamba nti Bwemuti bwe-
4 muba mugamba Zedekiya nti Bwati bwayogera
Mukama, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndi'za
enyuma ebyokulwanyisa ebiri mu mikono

gyamwe byemulwanyisa ne kabaka Webabuloni Nabakalidaya ababazingiza, (abali) ebweru wa bugwe, era ndibakunganyiza wakati mu kibuga kino. Nange mwene ndirwana namwe nengalo 5
ezigolodwa nomukono ogwamanyi, nga ndiko obusungu nekiruwi nobukambwe obungi. Era 6
ndi'ta abali mu kibuga kino, abantu era nensolo : balifa kawumpuli mungi. Awo oluvanyuma, 7
bwayogera Mukama, ndigabula Zedekiya kabaka wa Yuda nabadube nabantu, abo kawumpuli nekitala nenjala bebyafisawo mu kibuga muno, mu mukono gwa Nebukadineza kabaka Webabuloni ne mu mukono gwabalabe babwe ne mu mukono gwabo abanonya obulamu bwabwe : era alibata nobwogi bwekitala ; talibasonyiwa so talibakwatirwa kisa so talisasira. Era ogambanga abantu 8
bano nti Bwati bwayogera Mukama nti Laba, nteka mu maso gamwe ekubo eryobulamu nekubo eryokufa. Abera mu kibuga muno alifa nekitala 9
nenjala ne kawumpuli : naye oyo avamu nasenga Abakalidaya ababazingiza yaliba omulamu, nobulamubwe buliba munyago gyali. Kubanga ntade 10
amaso gange ku kibuga kino okukiretako obubi so si bulungi, bwayogera Mukama : kirigabulwa mu mukono gwa kabaka Webabuloni, naye alikyokya omuliro.

Nebyenyumba ya kabaka wa Yuda, muwulire 11
ekigambo kya Mukama : Mwe enyumba ya 12
Daudi, bwati bwayogera Mukama nti Mutukirize emisango enkya, era mugye omunyago mu mukono gwomujozi, ekiruwi kyange kireme okutambula ngomuliro nekyokya newataba ainza okukizikiza, olwobubi obwebikolwa byamwe. Laba, ndi mulabewo, ai gwabera mu kiwonvu, 13
nawali olwazi olwomulusenyi, bwayogera Mukama ; mwe abogera nti Ani aliserengeta okututabala ? oba ani aliingira mu nyumba zafe ?

14 era ndibabonereza ngebibala bwebiri ebyebikolwa byamwe, bwayogera Mukama: era ndikumira omuliro mu kibira kyakyo, era kiryokya byona ebikyetolode.

22

1 Bwatyo bwayogera Mukama nti Serengeta eri enyumba ya kabaka wa Yuda, oyogerere eyo
2 ekigambo kino ogambe nti Wulira ekigambo kya Mukama, ai kabaka wa Yuda atula ku ntebe ya Daudi, gwe nabadubo nabantubo abaingirira
3 mu mizigo gino. Bwati bwayogera Mukama nti Mutukirize emisango nebyensonga, mugye omunyago mu mukono gwomujozi: so temulyazamanyanga temugiriranga kyejo mugenyi newakubade atalina kitawe newakubade munamwandu, so temuyiwanga musai ogutaliko musango mu kifo
4 kino. Kubanga bwemulikolera dala ekigambo ekyo, awo muliingirira mu mizigo egyenyumba eno bakabaka abalitula ku ntebe ya Daudi, nga batambulira mu magali era nga bebagala embalasi,
5 ye nabadube nabantube. Naye bwemutalikiriza kuwulira bigambo bino, neraira nzeka, bwayogera Mukama, ngenyumba eno erifuka matongo.
6 Kubanga bwati bwayogera Mukama ebyenyumba ya kabaka wa Yuda: nti Gwe Gireada gyendi (era) mutwe gwa Lebanoni: (era naye) siriremа kukufula
7 lukola nebibuga omutali bantu. Era ndikutegekera abazikiriza, buli muntu ngalina ebintubye (ebizikiriza): era balitema emivulegyo egisinga
8 obulungi, nebagisula mu muliro. Awo amawanga mangi galiita awalj ekibuga kino, era baligambagana buli muntu mune nti Mukama kiki ekyamukoza bwatyo ekibuga kino ekikulu?
9 Awo nebadamu nti Kubanga baleka endagano ya Mukama Katonda wabwe, nebasinza bakatonda abalala nebabawereza.

Temukabira maziga oyo eyafa, so temumuku- 10
ngubagira : naye mumukabire nyo nyini amaziga
oyo agenda ; kubanga takyada nate so taliraba nsi
yewabwe. Kubanga bwati bwayogera Mukama 11
ebya Salumu mutabani wa Yosiya kabaka wa
Yuda eyasikira Yosiya kitawe okufuga, eyagenda
okuva mu kifo kino, nti Takyakomangawo nate ;
naye mu kifo gyebamutwala nga musibe, omwo 12
mwalifira, so takyalaba nsi eno nate.

Zimusanze oyo azimba enyumbaye olwobutali 13
butukirivu, nebisengebye olwokulya ensonga ;
alya emirimu gya mune awatali mpera, so tamuwa
bintubye ; ayogera nti Nezimbira enyumba enga- 14
zi nebisenge ebinene, neyesalira ebituli ; era
ebikibwako emivule, era esigibwako gerenge.
Olifuga kubanga oyagala okukiza (bano) emi- 15
vule ? kitawo teyalya nanywa, nakola ebyensonga
nebyobutukirivu ? awo nāba bulungi. Yasalanga 16
omusango gwomwavu neyetaga ; awo naba bulu-
ngi. Sikwe kwali ku'manya ? bwayogera Mu-
kama. Naye amasogo nomutimagwo bigoberera 17
okwegombakwo okwerere, nokuyiwa omusai ogu-
taliko musango, nokujoga, nekyejo okukikolanga.
Mukama kyava ayogera bwati ebya Yekoyakimu 18
mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda nti Tebali-
mukungubagira (nga bogera nti) Wowe, muganda
wange ! oba nti Wowe, mwanyinaze ! tebalimu-
kungubagira (nga bogera nti) Wowe, mukama
wange ! oba nti Wowe, ekitibwakye ! Alizikibwa 19
ngendogoi bwezikibwa, ewalulwa esulibwa ebweru
wemizigo gya Yerusalemi.

Linya ku Lebanoni okabe : oimuse edoboziryo 20
mu Basani : okabe ngoima ku Abalimu ; ku-
banga baganzibo bona bazikiride. Nayogera nawe 21
bwewali ngolaba omukisa ; naye noyogera nti
Siwulire. Eyo ye yabanga empisayo okuva mu
butobwo, obutagonderanga dobozi lyange. Embu- 22

yaga ze ziririsa abasumbabo bona, ne baganzibo
balitwalibwa okusibibwa : awo tolirema kukwati-
23 bwa nsonyi noswala olwobubibwo bwona. Ai
gwabera ku Lebanoni, akola ekisukyo ku
mivule, ngoliba wa kusasirwa nyo, obulumi bwe-
bulikukwata, obubalagaze ngobwomukazi alumwa
24 okuzala ! Nga bwendi omulamu, bwayogera
Mukama, Koniya mutabani wa Yekoyakimu
kabaka wa Yuda newakubade nga ye mpeta eya-
kabonero ku mukonogwo ogwadyo, era nandiku-
25 kwakudeyo ; era ndikugabula mu mukono gwabo
abanonya obulamubwo ne mu mukono gwabo
botya, mu mukono gwa Nebukadireza kabaka
Webabuloni, ne mu mukono Gwabakalidaya.
26 Era ndikugobera, gwe ne nyoko akuzala, munsi
27 endala gyemutazalirwa ; era mulifira eyo. Naye
munsi ememe yabwe gyeyegomba okuda eyo,
28 gyebatalida. Omusaja ono Koniya lugyo lwatifu
olunyomebwa ? ono kibya omutali kusanyusa ?
bagoberwa ki ye nezaderye, nebagoberwa munsi
29 gyebatamanyi ? Ai ensi, ensi, ensi, wulira eki-
30 gambo kya Mukama. Bwati bwayogera Mukama
nti Muwandike omusaja ono obutaba na bana,
omusaja ataliraba mukisa mu birobye : kubanga
tewaliba muntu wa ku zaderye aliraba omukisa
ngatude ku ntebe ya Daudi, oba nga yeyongera
nate okufuga mu Yuda.

23

1 Zisanze abasumba abazikiriza abasasanya
endiga ezomudundiro lyange ! bwayogera Mu-
2 kama. Mukama Katonda wa Isiraeri kyava ayo-
gera bwati eri abasumba abalisa abantu bange
nti Musasanyiza ekisibo kyange nemubagoba, so
temwabalambula ; laba, ndireta kumwe obubi
3 obwebikolwa byamwe, bwayogera Mukama. Era
ndikunganya abafisewo ku kisibo kyange oku-

bagya munsi zona gyenabagobera, nembakomyawo mu bisibo byabwe ; era balyala balyeyongera. Era ndisawo abasumba kubo abalibalisa : awo nga tebakyatya nate so tebalikengentererwa, so tewaliba abalibula, bwayogera Mukama. 4

Laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwendirosa eri Daudi Etabi etukirivu, era alifuga nga ye kabaka, era alikola ebyamagezi, era alitukiriza emisango nebyensonga munsi. Mu mirembegye Yuda alirokoka ne Isiraeri alibera mirembe : era lino lye linyalye lyalitumibwa nti Mukama bwe butukirivu bwafe. Laba, enaku kyeziva zija, bwayogera Mukama, lwebatakyayogera nate nti Nga Mukama bwali omulamu eyagya abana ba Isiraeri munsi Yemisiri ; naye nti Nga Mukama bwali omulamu eyagya ezade eryenyumba ya Isiraeri munsi eyebukika obwa kono ne munsi zona gyenabagobera nabalinyisa nabatwala ; era balibera munsi yabwe yo. 5 6 7 8

Ebya banabi. Omutima gwange munda yange gumenyese, amagumba gange gona gakankana ; ninga omutamivu, era ngomuntu awangudwa omwenge ; kulwa Mukama nolwebigambobye ebitukuvu. Kubanga ensi ejude abenzi ; kubanga ensi ekungubaga olwokulaira ; amalundiro agomulukola gakaze ; namagenda gabwe mabi, namanyi gabwe si malungi. Kubanga nabi era ne kabona bononefu ; wewawo, mu nyumba yange mwenalabira obubi bwabwe, bwayogera Mukama. Amakubo gabwe kyegaliva gabera gyebali ngobuserezi mu kizikiza : balisindikibwa nebagwa omwo : kubanga ndibaletako obubi, gwe mwaka mwebaliboncrezebwa, bwayogera Mukama. Era ndabye obusirusiru ku banabi Abesamaliya ; balagula kulwa Baali nebakyamya abantu bange Isiraeri. Era ndabye ekigambo ekyekive ne ku banabi Abeyerusalemi ; benda era batambulira 9 10 11 12 13 14

mu byobulimba, nebanyuweza emikono gyabo abakola obubi, newataba akyuka okuleka obubibwe: bona bafuse gyendi nga Sodoma, nabali omwo nga Gomola.

15 Mukama wegye kyava ayogera bwati ebya banabi nti Laba, ndibalisa abusinso, era ndibanywesa ama'zi agakalulwe: kubanga mu banabi Abeyerusalemi obwononefu mwebuvude okubuna
16 ensi yona. Bwati bwayogera Mukama wegye nti Temuwulira bigambo bya banabi ababalagula; babaigiriza ebitaliko kyebigasa: bogera okwolesebwa okuvude mu mutima gwabwe bo, so okuta-
17 vude mu kamwa ka Mukama. Bagamba olutata abo aba'nyoma nti Mukama ayogede nti Muliba nemirembe; na buli muntu atambulira mu bukakanyavu bwomutimagwe ye bamugamba nti
18 Tewaliba bubi obulibajira. Kubanga ani eyali aimiride Mukama wateseza ebigambo, ategere awulire ekigambokye? ani eyali yetegere'za ekigambo kyange nakiwulira?
19 Laba, kibuyaga wa Mukama, kye kiruwikye, afulumye, wewawo, kibuyaga wakazimu: aligwa ku mutwe gwababi.
20 Obusungu bwa Mukama tebulida okutusa lwalimala okutukiriza, okutusa lwalikomekereza omutimagwe byegumaliride: mu naku ezoluvanyuma
21 mulikitegerera dala. Satuma banabi abo, naye nebadukana mbiro: sayogera nabo, naye nebala-
22 gula. Naye singa baimirira mu kutesa kwange, awo bandiwuliza abantu bange ebigambo byange, era bandibakyusiza okuleka ekubo lyabwe ebi
23 nobubi obwebikolwa byabwe. Nze ndi Katonda ali okumpi, bwayogera Mukama, so siri Katonda
24 ali ewala? Waliwo ainza okwekweka mu bifo ebyekyama nesimulaba? bwayogera Mukama.
25 Sijula gulu nensi? bwayogera Mukama. Mpulide banabi byebogede abaima mu linya lyange okulagula ebyobulimba, nga bogera nti Ndose, ndose.

Ebyo biritusa wa okuba mu mutima gwa banabi 26
abalagula ebyobulimba; banabi abobukyamu
obwomumutima gwabwe bo? Abalowoza okwera- 27
biza abantu bange erinya lyange olwebiroto bya-
bwe byebabuliragana buli muntu mune, nga
bajaja babwe bweberabira erinya lyange olwa
Baali. Nabi alota ekiroto abulire ekiroto, noyo 28
alina ekigambo kyange ayogere ekigambo kyange
nobwesigwa. Ebisusunku kiki okwenkana ne-
ngano? bwayogera Mukama. Ekigambo kyange 29
tekifanana muliro? bwayogera Mukama; era
tekifanana nyondo eyasayasa olwazi?

Kale, laba, ndi mulabe wa banabi, bwayogera 30
Mukama, aba'ba ebigambo byange buli muntu ku
mune. Laba, ndi mulabe wa banabi, bwayogera 31
Mukama, abadira enimi zabwe nebogera nti
Ayogera. Laba, ndi mulabe wabo abalagula ebi- 32
roto ebyobulimba, bwayogera Mukama, nebabi-
bulira, nebakyamya abantu bange olwobulimba
bwabwe nolwokwenyumiriza kwabwe okutalimu:
naye sabatuma so sabalagira; so tebaligasa bantu
bano na katono, bwayogera Mukama. Awo 33
abantu bano oba nabi bwebalikubuza nga bogera
nti Omugugu gwa Mukama kye ki? awo noba-
gamba nti Mugugu ki! Ndibagoba, bwayogera
Mukama. Ne nabi ne kabona nabantu abalyo- 34
gera nti Omugugu gwa Mukama, ndibonereza
omuntu oyo nenyumbaye. Bwemuti bwemuli- 35
gamba buli muntu mune na buli muntu mu-
gandawe nti Mukama azemu ki? era nti Mukama
ayogede ki? Nomugugu gwa Mukama temukya- 36
gwatula nate: kubanga buli muntu ekigambokye
ye kye kiriba omugugugwe; kubanga mwanyola
ebigambo bya Katonda omulamu, ebya Mukama
wegye Katonda wafe. Bwoti bwoba ogamba nabi 37
nti Mukama akuzemu ki? era nti Mukama ayo-
gede ki? Naye bwemulyogera nti Omugugu 38

gwa Mukama ; Mukama kyava ayogera bwati nti
Kubanga mwogera ekigambo ekyo, nti Omugugu
gwa Mukama, nange mbatumide nga njogera nti
39 Temwogeranga nti Omugugu gwa Mukama ; kale,
laba, ndiberabirira dala, era ndibasula nekibuga
kyenabawa mwe ne bajaja bamwe okuvira dala
40 wendi : era ndibaletako ekivume ekitaligwawo
nensonyi ezitalivawo ezitalyerabirwa.

24

1 Mukama yanjolesa, era, laba, ebibo bibiri ebyetini ebitekedwa mu maso geyekalu ya Mukama ; Nebukadineza kabaka Webabuloni ngamaze okutwala nga musibe Yekoniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda nabakungu ba Yuda wamu nabafundi nabawesi okubagya mu Yerusalemi,
2 era ngabatute Ebabuloni. Ekibo ekimu kyalimu etini nungi nyo, ngetini ezisoka okwengera : nekibo ekyokubiri kyalimu etini mbi nyo ezita-
3 lika, kubanga zainga obubi. Awo Mukama nangamba nti Olaba ki, Yeremiya ? Nenjogera nti Tini ; etini enungi nungi nyo ; nembi mbi nyo
4 ezitalika, kubanga ziinga obubi. Awo ekigambo
5 kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Ngetini zino enungi, bwentyo bwendirowoza abasibe ba Yuda, benasindikiriza okuva mu kifo kino okugenda munsi Eyabakalidaya, olwobulungi.
6 Kubanga nditeka amaso gange kubo olwobulungi, era ndibakomyawo nate munsi eno : era ndibazimba so siribabya ; era ndibasimba so siriba-
7 simbula. Era ndibawa omutima oku'manya nga ndi Mukama : era baliba bantu bange, nange ndiba Katonda wabwe : kubanga balikomawo
8 gyendi nomutima gwabwe gwona. Era ngetini embi ezitalika, kubanga ziinga obubi ; mazima bwati bwayogera Mukama nti Bwentyo bwendi-

gabula Zedekiya kabaka wa Yuda nabakungube
nabafikawo ku Yerusalemi abasigala munsi eno
nabo abali munsi Yemisiri : ndibagabula okuyu- 9
gumizibwa eruwi neruwi munsi zona eza baka-
baka bwezenkana olwobubi ; okuba ekivume
nolugero nekikino nekikolimo mu bifo byona
gyendibagobera. Era ndiwereza ekitala nenjala 10
ne kawumpuli mubo okutusa lwebalimalibwawo
okuva kunsi gyenawa bo ne bajaja babwe.

25

Ekigambo ekyajira Yeremiya ekyabantu bona 1
aba Yuda mu mwaka ogwokuna ogwa Yekoya-
kimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda ;
ogwo gwe gwali omwaka ogwoluberyeberye ogwa
Nebukadireza kabaka Webabuloni ; Yeremiya 2
nabi kyeyabulira abantu bona aba Yuda ne bona
abali mu Yerusalemi, ngayogera nti Okuva ku 3
mwaka ogwekumi nesatu ogwa Yosiya mutabani
wa Amoni kabaka wa Yuda ne lero, emyaka egyo
amakumi abiri mwesatu, ekigambo kya Mukama
kyanjijiranga nenjogera namwe, nga ngolokoka
mu makya nenjogera ; naye mwe temuwulirizа-
nga. Era Mukama yabatumira abadube bona 4
banabi, ngagolokoka mu makya ngabatuma ; naye
mwe temuwulirizanga so temutegeganga kutu
kwamwe okuwulira ; ngayogera nti Mukomewo 5
no buli muntu ngaleka ekubolye ebi nobubi obwe-
bikolwa byamwe, mubere munsi Mukama gyeya-
bawa mwe ne bajaja bamwe, okuva eda nokutusa
emirembe gyona : so temugobereranga bakatonda 6
abalala okubawereza nokubasinza, so temunsu-
nguwazanga nomulimu ogwemikono gyamwe ;
nange siribakola bubi. Era naye temumpulira- 7
nga, bwayogera Mukama ; munsunguwaze no-
mulimu ogwemikono gyamwe olwokwerumya
mweka. Mukama wegye kyava ayogera bwati 8

9 nti Kubanga temuwulide bigambo byange, laba, nditumа nenzirira ebika byona ebyebukika obwa kono, bwayogera Mukama, era (nditumira) Nebukadireza kabaka Webabuloni omudu wange, nembaleta okutabala ensi eno nabo abali omwo namawanga gano gona agetolode; era ndibazikiririza dala nembafula ekyewunyo nokusozebwa
10 namatongo agoluberera. Era nate ndibagyako edobozi eryokusanyuka nedobozi eryokujaguza, edobozi lyawasa omugole nedobozi lyomugole,
11 okuvuga kwolubengo nokwaka kwetabaza. Nensi eno yona eriba matongo nekyewunyo; namawanga gano galiwerereza kabaka Webabuloni
12 emyaka nsanvu. Awo olulituka emyaka ensanvu bwegiritukirira, nendyoka mbonereza kabaka Webabuloni negwanga eryo, bwayogera Mukama, olwobutali butukirivu bwabwe, nensi Eyabakali-
13 daya, era ndigifula amatongo enaku zona. Era ndireta kunsi eyo ebigambo byange byona byenagyogerako, byona ebyawandikibwa mu kitabo kino Yeremiya kyeyalagula eri amawanga gona.
14 Kubanga amawanga mangi ne bakabaka abakulu abalibafula abadu, abo bebalifula abadu: era ndibasasula ngebikolwa byabwe bwebiri era ngomulimu ogwemikono gyabwe bweguli.
15 Kubanga bwati Mukama Katonda wa Isiraeri bwangamba nti Tola endeku eyomwenge ogwekiruwi kino mu mukono gwange, oginyweseko
16 amawanga gona gyenkutuma. Awo balinywa nebatagata nebalaluka olwekitala kyendiwereza
17 mubo. Awo nentola endeku mu mukono gwa Mukama, nenywesa amawanga gona Mukama
18 gyeyantuma: Yerusalemi nebibuga bya Yuda ne bakabaka bamu nabakungu bamu, okubafula amatongo nekyewunyo nokusozebwa nekiko-
19 limo; nga bwekiri lero; Falao kabaka Wemisiri
20 nabadube nabakungube nabantube bona; nabantu

bona abatabulwa, ne bakabaka bona abomunsi ya
Uzi, ne bakabaka bona abomunsi Eyabafirisiti, ne
Asikeroni ne Gaza ne Ekeroni nabafisewo ku
Asidoda; Edomu ne Moabu nabana ba Amoni; 21
ne bakabaka bona Abetulo ne bakabaka bona 22
Abesidoni ne bakabaka bekizinga ekiri emitala
wenyanja; Dedani ne Tema ne Buzi ne bona 23
abamwa oluge; ne bakabaka bona Abebuwalabu 24
ne bakabaka bona ababantu abatabulwa ababera
mu lukola; ne bakabaka bona Abezimiri, ne 25
bakabaka bona aba Eramu, ne bakabaka bona
Ababamedi; ne bakabaka bona abebukika obwa 26
kono abewala nabokumpi, buli muntu ne mune;
nensi zona eza bakabaka bwebenkana eziri ku
maso getaka: ne kabaka Wesesaka alibadirira
okunywa. Era olibagamba nti Bwati bwayogera 27
Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Munywe
mutamire museseme mugwe so temuimuka nate
olwekitala kyendiwereza mumwe. Awo olulituka 28
bwebaligana okutola endeku mu mukonogwo,
okunywa, awo olibagamba nti Bwati bwayogera
Mukama wegye nti Temuleme kunywa. Ku- 29
banga, laba, nsokera ku kibuga eritumidwako
erinya lyange okuleta obubi, namwe mwandiwo-
nede dala okubonerezebwa? Temuliwona kubo-
nerezebwa: kubanga ndiita ekitala okuja kwabo
bona abatula kunsi, bwayogera Mukama wegye.
Kale olagulanga kubo ebigambo ebyo byona, oba- 30
gambe nti Mukama aliwuluguma ngaima wagulu,
alireta edobozirye ngaima mu kifokye ekitukuvu
mwabera; aliwulugumira namanyi ku kisibokye;
era alyogerera wagulu ngabo abasamba (ezabibu)
eri abo bona abatula kunsi. Edobozi lirija liri- 31
tuka ne ku nkomerero yensi; kubanga Mukama
alina empaka namawanga, aliwoza ne bona aba-
lina omubiri; ababi alibawayo eri ekitala, bwayo-
gera Mukama.

32 Bwati bwayogera Mukama wegye nti Laba,
obubi bulifuluma okuva mu gwanga okugenda
mu gwanga linalyo, ne kibuyaga mungi alikunsi-
33 bwa aliva ku njuwi zensi ezenkomerero. Nabo
Mukama balita baliva ku nkomerero yensi bali-
tuka ku nkomerero yayo: tebalikungubagirwa
so tebalikunganyizibwa so tebalizikibwa; baliba
34 busa ku maso getaka. Muwowogane, mwe aba-
sumba, mukabe; mwekulukunye (muvu), mwe
abakulu abomukisibo: kubanga enaku ezokuti-
bwa kwamwe zitukide dala, nange ndibamenya-
menya, namwe muligwa ngekibya ekisanyusa.
35 Nabasumba tebaliba na kubo lya kudukiramu,
newakubade abakulu abomukisibo lya kuwone-
36 ramu. Edobozi eryokwogerera wagulu okwaba-
sumba nokuwowogana kwabakulu abomukisibo!
37 kubanga Mukama azisa edundiro lyabwe. Nebi-
sibo ebyabangamu emirembe bisirisibwa olweki-
38 ruwi kya Mukama. Avude mu kwekero ngempo-
logoma: kubanga ensi yabwe efuse ekyewunyo
olwobukambwe (bwekitala) ekijoga nolwekiru-
wikye.

26

1 YEKOYAKIMU mutabani wa Yosiya kabaka wa
Yuda nga kyaje alye, ekigambo kino nekija okuva
2 eri Mukama nga kyogera nti Bwatyo bwayogera
Mukama nti Imirira mu lugya olwenyumba ya
Mukama, ogambe ebibuga byona ebya Yuda,
abaja okusinziza mu nyumba ya Mukama, ebiga-
mbo byona byenkulagira okubagamba; tolekayo
3 na kimu. Mpozi baliwulira nebakyuka buli
muntu okuleka ekubolye ebi; ndyoke nejuse
obubi bwentesa okubakola olwobubi obwebikolwa
4 byabwe. Era obagambanga nti Bwati bwayogera
Mukama nti Bwemutampulirize okutambulira mu
5 mateka gange gentade mu maso gamwe, okuwu-

liriza ebigambo byabadu bange banabi bembatumira, okugolokoka nga ngolokoka mu makya nembatuma, naye mwe nemutawuliriza; awo 6
ndifula enyumba eno okuba nga Siro, era ndifula ekibuga kino ekikolimo eri amawanga gona agomunsi. Awo bakabona ne banabi nabantu 7
bona nebawulira Yeremiya ngayogerera ebigambo ebyo mu nyumba ya Mukama. Awo olwatuka 8
Yeremiya bweyamalira dala okwogera byona Mukama byeyali amulagide okugamba abantu bona, bakabona ne banabi nabantu bona nebamukwata nga bogera nti Toleme kufa. Kiki ekiku- 9
laguziza mu linya lya Mukama ngoyogera nti Enyumba eno eriba nga Siro, nekibuga kino kiriba matongo nga tewali muntu akiberamu? Abantu bona nebakunganira awali Yeremiya mu nyumba ya Mukama.

Awo abakungu ba Yuda bwebawulira ebyo, 10
nebambuka nga bava mu nyumba ya kabaka, nebaja mu nyumba ya Mukama; nebatula awaingirirwa mu muzigo omugya (ogwenyumba) ya Mukama. Awo bakabona ne banabi neba- 11
gamba abakungu nabantu bona nti Omusaja ono asanide okufa; kubanga alagude ku kibuga kino nga bwemuwulide namatu gamwe mwe. Awo 12
Yeremiya nagamba abakungu bona nabantu bona nti Mukama ye yantuma okulagula ku nyumba eno ne ku kibuga kino ebigambo byona byemuwulide. Kale no mulongose amakubo gamwe 13
nebikolwa byamwe, mugondere edobozi lya Mukama Katonda wamwe; awo Mukama alyejusa obubi bwabogedeko. Naye nze, laba, ndi mu 14
mukono gwamwe: munkole nga bwemusima era bwekiri ekyensonga mu maso gamwe. Kyoka 15
mutegerere dala bwemunanzita muneretako omusai ogutaliko musango ne ku kibuga kino ne kwabo abakiberamu; kubanga mazima Mukama

yantumye gyemuli okwogera ebigambo bino
16 byona mu matu gamwe. Awo abakungu na-
bantu bona nebagamba bakabona ne banabi nti
Omusaja ono tasanide kufa; kubanga ayogerede
17 nafe mu linya lya Mukama Katonda wafe. Awo
newagolokoka abamu ku bakade bensi nebagamba
18 ekibina kyona ekyabantu nti Mikaya Omumo-
lasi yalagulira mu mirembe gya Kezekiya
kabaka wa Yuda; nagamba abantu bona aba
Yuda ngayogera nti Bwati bwayogera Mukama
wegye nti Sayuni lulikabalwa ngenimiro ne
Yerusalemi kirifuka bifunvu, nolusozi olwe-
nyumba (luliba) ngebifo ebigulumivu ebyomu-
19 kibira. Kezekiya kabaka wa Yuda ne Yuda
yena bamu'ta na katono? teyatya Mukama,
neyegairira ekisa kya Mukama, Mukama neye-
jusa obubi bweyali abogedeko? Bwetutyo
20 twandyononye nyo ememe zafe fe. Era waliwo
omusaja eyalagulira mu linya lya Mukama,
Uliya mutabani wa Semaya Owekiriasiyealimu;
noyo yalagula ku kibuga kino ne kunsi eno
ngebigambo byona ebya Yeremiya bwebibade:
21 awo Yekoyakimu kabaka nabasajabe bona abama-
nyi nabakungu bona bwebawulira ebigambobye,
kabaka nayagala okumuta; naye Uliya bweyaki-
22 wulira, natya naduka nagenda mu Misiri: Ye-
koyakimu kabaka natuma abantu Emisiri, Erina-
sani mutabani wa Akabola, nabasaja abamu wamu
23 naye Emisiri: nebakimayo Uliya mu Misiri,
nebamuleta eri Yekoyakimu kabaka; namuta
nekitala, nasula omulambogwe mu malalo gaba-
24 kopi. Naye omukono gwa Akikamu mutabani
wa Safani neguba wamu ne Yeremiya baleme
okumuwayo mu mukono gwabantu okumu'ta.

27

1 YEKOYAKIMU mutabani wa Yosiya kabaka wa

Yuda nga kyaje atanule okufuga, ekigambo kino nekija eri Yeremiya okuva eri Mukama nga kyogera nti Bwati Mukama bwangamba nti 2
Wekolere ebisiba nemiti egyekikoligo obiteke mu bulagobwo ; obiwereze kabaka wa Edomu ne 3
kabaka wa Moabu ne kabaka wabana ba Amoni ne kabaka Wetulo ne kabaka Wesidoni mu mukono gwababaka abaja Eyerusalemi eri Zedekiya kabaka wa Yuda ; obalagire ebigambo ebyoku- 4
twalira bakama babwe nti Bwati bwayogera Mukama wegye Katonda wa Isiraeri nti Bwemuti bwemuligamba bakama bamwe nti Nze nakola 5
ensi, omuntu nensolo ebiri ku maso gensi, nobuinza bwange obungi nomukono gwange ogugolodwa ; era nze ngiwa gwensima. Era kakano 6
mpade ensi zino zona mu mukono gwa Nebukadineza kabaka Webabuloni omudu wange ; era muwade nensolo ezomunsiko okumuwereza. Na- 7
mawanga gona galimuwereza ye ne mutabaniwe nomwana wa mutabaniwe okutusa ebiro ebyensiye ye lwebirituka : awo amawanga mangi ne bakabaka abakulu nebalyoka bamufula omudu. Awo 8
olulituka egwanga nobwakabaka abatalikiriza kuwereza Nebukadineza oyo kabaka Webabuloni, era abatalikiriza kuteka nsingo yabwe wansi wekikoligo kya kabaka Webabuloni, egwanga eryo ndiribonereza, bwayogera Mukama, nekitala nenjala ne kawumpuli okutusa lwendimala okubazikiriza nomukonogwe. Naye 9
mwe temuwuliranga banabi bamwe newakubade abafumu bamwe newakubade ebiroto byamwe newakubade abalogo bamwe newakubade abasawo bamwe ababagamba nti Temuliwereza kabaka Webabuloni : kubanga babalagula ekyobulimba 10
okubajulula wala nensi yamwe ; era ndyoke mbagobemu nemuzikirira. Naye egwanga eririteka 11
ensingo yabwe wansi wekikoligo kya kabaka

Webabuloni nerimuwereza, (egwanga) eryo ndirireka libere munsi yabwe bo, bwayogera Mukama ; era baligirima nebatula omwo.

12 Awo nengamba Zedekiya kabaka wa Yuda ngebigambo ebyo byona bwebyali nga njogera nti Muteke ensingo zamwe wansi wekikoligo kya kabaka Webabuloni, mumuwereze ye nabantube
13 mubere abalamu. Mwagalira ki okufa, gwe nabantubo, nekitala nenjala ne kawumpuli, nga Mukama bwayogede ebyegwanga eritalikiriza kuwereza
14 kabaka Webabuloni ? So temuwuliranga bigambo bya banabi abogera namwe nti Temuliwereza kabaka Webabuloni : kubanga babalagula ekyo-
15 bulimba. Kubanga sibatumanga, bwayogera Mukama, naye balagulira mu linya lyange obulimba ; ndyoke mbagobemu nemuzikirira, mwe
16 ne banabi ababalagula. Era nengamba ne bakabona nabantu bano bona nti Bwati bwayogera Mukama nti Temuwuliranga bigambo bya banabi bamwe ababalagula nga bogera nti Laba, ebintu ebyomunyumba ya Mukama binatera okukomezebwawo nate okuva mu Babuloni : kubanga
17 babalagula ekyobulimba. Temubawuliranga ; muwereze kabaka Webabuloni, mubere abalamu : ekibuga kino kiki ekinaba kikifusa amatongo ?
18 Naye obanga banabi, nekigambo kya Mukama obanga kiri nabo, bamwegairire no Mukama wegye ebintu ebisigade mu nyumba ya Mukama ne mu nyumba ya kabaka wa Yuda ne mu Ye-
19 rusalemi bireme okugenda Ebabuloni. Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye ebyempagi nebyenyanja nebyentebe nebyebintu ebifisewo
20 ebisigade mu kibuga kino, Nebukadineza kabaka Webabuloni byatatwala bweyatwala nga musibe Yekoniya mutabani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda namugya Eyerusalemi namutwala Ebabuloni nabakungu bona aba Yuda ne Yerusalemi ;

wewawo, bwati bwayogera Mukama wegye, 21
Katonda wa Isiraeri, ebyebintu ebisigade mu
nyumba ya Mukama ne mu nyumba ya kabaka
wa Yuda ne mu Yerusalemi: nti Biritwalibwa 22
Ebabuloni, era biribera eyo okutusa ku lunaku
lwendibajira, bwayogera Mukama; awo nendyoka
mbagyayo nembikomyawo mu kifo kino.

28

Awo olwatuka mu mwaka ogwo Zedekiya 1
kabaka wa Yuda nga kyaje atanule okufuga mu
mwaka ogwokuna mu mwezi ogwokutano
Kananiya mutabani wa Azula nabi Owegibeoni
nayogera nange mu nyumba ya Mukama, baka-
bona nabantu bona nga webali, nti Bwati bwayo- 2
gera Mukama wegye Katonda wa Isiraeri nti
Menye ekikoligo kya kabaka Webabuloni. Emya- 3
ka ebiri emirambirira nga teginagwako ndireta
nate mu kifo kino ebintu byona ebyomunyumba
ya Mukama Nebukadineza kabaka Webabuloni
byeyagya mu kifo kino nabitwala Ebabuloni:
era ndikomyawo mu kifo kino Yekoniya muta- 4
bani wa Yekoyakimu kabaka wa Yuda wamu
nabasibe bona aba Yuda abāgenda Ebabuloni,
bwayogera Mukama: kubanga ndimenya ekiko-
ligo kya kabaka Webabuloni. Awo nabi Yere- 5
miya nagamba nabi Kananiya, bakabona nga
webali nabantu bona abaimiride mu nyumba ya
Mukama nga webali, nabi Yeremiya nayogera 6
nti Amina: Mukama akole bwatyo: Mukama
atukirize ebigambobyo byolagude okukomyawo
ebintu ebyomunyumba ya Mukama nabo bona
abobusibe okubagya Ebabuloni okubaleta mu
kifo kino. Era naye wulira no ekigambo kino 7
kyenjogera mu matugo ne mu matu gabantu
bona, nti Banabi abansoka nze era abakusoka 8
gwe eda balagulanga eri ensi nyingi, nama-

twale ga bakabaka amakulu, nga balagula obulwa
9 nobubi ne kawumpuli. Nabi alagula emirembe, ekigambo kya nabi bwekiritukirira, awo nabi alimanyibwa nga Mukama yamutuma mazima.
10 Awo Kananiya nabi nagya omuti ku nsingo ya
11 nabi Yeremiya nagumenya. Awo Kananiya nayogera abantu bona nga webali nti Bwati bwayogera Mukama nti Era bwentyo bwendimenya nekikoligo kya Nebukadineza kabaka Webabuloni emyaka ebiri emirambirira nga teginagwako okuva ku nsingo yamawanga gona.
12 Awo nabi Yeremiya neyegendera. Awo ekigambo kya Mukama nekiryoka kijira Yeremiya
13 Kananiya nabi ngamaze okumenya omuti ku nsingo ya nabi Yeremiya nga kyogera nti Genda omubulire Kananiya nti Bwati bwayogera Mukama nti Omenye ekikoligo ekyemiti, naye olikola ekikoligo ekyebyuma okuda mu kifo kyakyo.
14 Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye Katonda wa Isiraeri nti Ntade ekikoligo ekyebyuma ku nsingo yamawanga gano gona gawereze Nebukadineza kabaka Webabuloni; era balimuwereza: era muwade nensolo ezomunsiko.
15 Awo nabi Yeremiya nalyoka agamba Kananiya nabi nti Wulira no, Kananiya; Mukama takutumanga; naye wesiza abantu bano ekyobulimba.
16 Mukama kyava ayogera nti Laba, ndikusindika okuva ku maso getaka: mu mwaka guno mwolifira kubanga oyogede ebyobujemu eri Mukama.
17 Awo Kananiya nabi nafira mu mwaka ogwo mu mwezi ogwomusanvu.

29

1 Era bino bye bigambo ebyomubaluwa Yeremiya nabi gyeyawereza ngaima Eyerusalemi eri abakade abafisewo abomubusibe neri bakabona neri banabi neri abantu bona Nebukadineza

beyali atute nga basibe okubagya Eyerusalemi
okubatwala Ebabuloni: [Yekoniya kabaka ne 2
namasole nabalawe nabakungu ba Yuda ne Yeru-
salemi nabafundi nabawesi nga bamaze okuva mu
Yerusalemi;] mu mukono gwa Erasa mutabani 3
wa Safani ne Gemaliya mutabani wa Kirikiya,
[Zedekiya kabaka wa Yuda beyatuma Ebabuloni
eri Nebukadineza kabaka Webabuloni,] ngayogera
nti Bwati Mukama wegye Katonda wa Isiraeri 4
bwagamba abobusibe bona benatwaza Ebabuloni
nga basibe okubagya Eyerusalemi, nti Muzimbe 5
enyumba mutule omwo; musimbe ensuku, mulye
emere yamu; muwase abakazi, muzale abana
abobulenzi nabobuwala; era muwasize batabani 6
bamwa abakazi, era mugabe abawala bamwe oku-
fumbirwa, bazale abana abobulenzi nabobuwala;
mwalire eyo so temukendera. Mwagalize eki- 7
buga emirembe gyenabatwaza okuba abasibe, era
mukisabirenga eri Mukama: kubanga olwemi-
rembe gyakyo mwe muliba nemirembe. Kubanga 8
bwati bwayogera Mukama wegye Katonda wa
Isiraeri nti Banabi bamwe abali wakati mumwe
nabafumu bamwe baleme okubalimba, so temu-
wulirizanga biroto byamwe byemulosa. Kubanga 9
babalagulira mu linya lyange ebyobulimba: siba-
tumanga, bwayogera Mukama. Kubanga bwati 10
bwayogera Mukama nti Emyaka nsanvu bwegiri-
tukiririra Babuloni, ndibajira nentukiriza gye-
muli ekigambo kyange ekirungi nga mbako-
myawo mu kifo kino. Kubanga manyi ebirowozo 11
byendowoza gyemuli, bwayogera Mukama, ebiro-
wozo ebyemirembe so si bya bubi, okubawa
okusubira enkomerero yamwe eyoluvanyuma.
Era mulinkabira, era muligenda nemunsaba, 12
nange ndibawulira. Era muli'nonya nemundaba, 13
bwemulinkenenya nomutima gwamwe gwona.
Nange mulindaba, bwayogera Mukama, era ndi- 14

kyusa nate obusibe bwamwe, nembakunganya okubagya mu mawanga gona ne mu bifo byona gyenabagobera, bwayogera Mukama; era ndibakomyawo mu kifo gyenabagya okubatwaza
15 okuba abasibe. Kubanga mwogede nti Mukama
16 atuimusiri'za banabi mu Babuloni. Kubanga bwati bwayogera Mukama ebya kabaka atula ku ntebe ya Daudi nebyabantu bona abali mu kibuga muno, baganda bamwe abatafulumanga
17 okugenda mu busibe wamu namwe; bwati bwayogera Mukama wegye nti Laba, ndisindika kubo ekitala nenjala ne kawumpuli, era ndibafula ngetini ezitaliko kyezigasa ezitalika kubanga
18 ziinze obubi. Era ndibaiganya nekitala nenjala ne kawumpuli, era ndibawayo okuyugumizibwa munsi zona eza bakabaka eziri ku taka, okuba ekikolimo nekyewunyo nokusozebwa nekivume
19 mu mawanga gona gyenabagobera: kubanga tebawuliriza bigambo byange, bwayogera Mukama, byenatuma nabadu bange banabi, nga ngolokoka mu makya nembatuma; naye nemutakiriza
20 kuwulira, bwayogera Mukama. Kale muwulire ekigambo kya Mukama, mwe mwena abomubusibe, benasindika Ebabuloni okuva Eyerusalemi.
21 Bwati bwayogera Mukama wegye Katonda wa Isiraeri ebya Akabu mutabani wa Kolaya nebya Zedekiya mutabani wa Maaseya ababalagulira mu linya lyange ekyobulimba, nti Laba, ndibagabula mu mukono gwa Nebukadireza kabaka Webabulo-
22 ni; era aliba'ta mwe nga mulaba; era kubo kwebalgya ekikolimo abasibe bona aba Yuda abali mu Babuloni nga bogera nti Mukama akufule nga Zedekiya era nga Akabu kabaka Webabuloni
23 beyayokya omuliro: kubanga bakoze ebyobusirusiru mu Isiraeri, era benze ku bakazi ba banabwe, era bogerede mu linya lyange ebigambo ebyobulimba byesibalagiranga; era nze nzuno.

amanyi, era nze ndi mujulirwa, bwayogera Mukama.

Nebya Semaya Omunekeramu onoyogera nti 24
Bwati bwagamba Mukama wegye Katonda wa 25
Isiraeri nti Kubanga owere'za ebaluwa ngoima mu linyalyo gwe eri abantu bona abali mu Yerusalemi neri Zefaniya mutabani wa Maaseya kabona neri bakabona bona ngoyogera nti Mukama akufude ka- 26
bona mu kifo kya Yekoyada kabona mubere abami mu nyumba ya Mukama, olwa buli muntu aliko edalu neyefula nabi, omuteke mu nvuba ne mu masamba. Kale no ekikulobede ki okunenya 27
Yeremiya Oweyanasosi eyefula nabi gyemuli, kubanga yatutumira Ebabuloni ngayogera nti 28
(Obusibe) bwa kulwawo: muzimbe enyumba, mutule omwo; era musimbe ensuku, mulye emere yamu? Awo Zefaniya kabona nasoma 29
ebaluwa eno mu matu ga Yeremiya nabi. Awo 30
ekigambo kya Mukama nekija eri Yeremiya nga kyogera nti Tumira abo bona abali mu busibe 31
ngoyogera nti Bwati bwayogera Mukama ebya Semaya Omunekeramu nti Kubanga Semaya abalagude, so nze simutumanga, era abesi'za ekyobulimba; Mukama kyava ayogera bwati nti 32
Laba, ndibonereza Semaya Omunekeramu nezaderye; taliba na musaja wa kutula mu bantu bano, so taliraba birungi byendikola abantu bange, bwayogera Mukama: kubanga ayogede ebyobujemu eri Mukama.

30

Ekigambo ekyaja eri Yeremiya okuva eri 1
Mukama nga kyogera nti Bwati bwayogera 2
Mukama Katonda wa Isiraeri nti Wewandikire mu kitabo ebigambo byona byenakakubulira.
Kubanga enaku zija, bwayogera Mukama, lwendi- 3
kyusa nate obusibe bwabantu bange Isiraeri ne

Yuda, bwayogera Mukama : era ndibakomyawo
munsi gyenawa bajaja babwe, era baligirya.
4 Era bino bye bigambo Mukama byeyayogera
5 ebya Isiraeri nebya Yuda. Kubanga bwati
bwayogera Mukama nti Tuwulide edobozi eryo-
6 kukankana, eryokutya so si lya mirembe. Mubuze
no mulabe obanga omusaja alumwa okuzala : kiki
ekindabya buli musaja emikonogye nga gikute
mu mbinabina ngomukazi alumwa okuzala,
7 namaso gona gafuse ebala lyago ? Wowe ! kuba-
nga olunaku olwo lukulu so tewali lulwenkana :
kye kisera Yakobo mwalabira enaku ; naye aliro-
8 koka muzo. Awo olulituka ku lunaku olwo,
bwayogera Mukama wegye, ndimenya ekikoli-
gokye ku nsingoyo, era ndikutula ebisibabyo ;
so banagwanga nga tebakyamufula mudu nate :
9 naye baliba badu ba Mukama Katonda wabwe
10 ne Daudi kabaka wabwe gwendibaimusiza. Kale
totya, ai Yakobo omudu wange, bwayogera
Mukama ; so tokengentererwa, ai Isiraeri : kuba-
nga, laba, ndikulokola nga nyima wala, nezade-
ryo nga nyima munsi eyobusibe bwabwe ; awo
Yakobo alikomawo, era aliterera, alye'sa, so tewa-
11 liba alimutisa. Kubanga nze ndi wamu nawe,
bwayogera Mukama, okukulokola : kubanga
ndimalirawo dala amawanga gona gyenakusasa-
nyiza, naye gwe sirikumalira dala ; naye ndiku-
bulirira mpola, so sirikuleka na katono nga
tobonerezebwa.
12 Kubanga bwati bwayogera Mukama nti Ebwa-
lyo teriwonyezeka, nekiwundukyo kya kitalo.
13 Tewali wa kukuwolereza, onyigibwe : tolina
14 dagala eriwonya. Baganzibo bona bakwerabide ;
tebakunonya : kubanga nkufumise ekiwundu
ekyomulabe, okukangavula okwomukambwe ;
kubanga obutali butukirivubwo bungi, kubanga
15 ebibibyo byali byeyongede. Okabira ki olwe-

kiwundukyo? obulumibwo tebuwonyezeka: kubanga obutali butukirivubwo bungi, kubanga ebibibyo byali byeyongede, kyenvude nkukola ebyo. Abo bona abakulya kyebaliva balibwa; nabalabebo bona buli omu kubo baligenda mu kusibibwa; nabo abakunyaga baliba munyago, nabo bona abakui'ga ndibagabula okuba omui'go. Kubanga ndikukomezawo obulamu, era ndikuwonya ebiwundubyo, bwayogera Mukama; kubanga bakuise eyagobebwa, (nga bogera nti) Ye Sayuni omuntu yena gwatanonya. Bwati bwayogera Mukama nti Laba, ndikyusa nate obusibe bwewema za Yakobo, era ndisasira enyumbaze; nekibuga kirizimbibwa ku kifunvu kyakyo, nolubiri lulisigala ngengeri yalwo bweri. Awo mubyo muliva okwebaza nedobozi lyabo abasanyuka: era ndibāza, so tebaliba batono; era ndibawa ekitibwa, so tebaliba bato. Era nabana babwe baliba nga bwebali oluberyeberye, nekibina kyabwe kirinyuwezebwa mu maso gange, era ndibonereza bona abalibajoga. Nomulangira wabwe aliba munabwe bo, noyo alibafuga aliva mubo wakati; era ndimusembeza, era alija wendi: kubanga ani eyali ayanganze okuja wendi? bwayogera Mukama. Namwe muliba bantu bange, nange ndiba Katonda wamwe.

Laba, kibuyaga wa Mukama, kye kiruwikye, afulumye, kibuyage ayera: aligwa ku mutwe gwababi. Obusungu bwa Mukama omukambwe tebulida okutusa lwalimala okutukiriza, okutusa lwalikomekereza omutimagwe byegumaliride: mu naku ezoluvanyuma mwemulikitegerera.

16 17 18 19 20 21 22 23 24

31

Mu biro ebyo, bwayogera Mukama, ndiba Katonda wenda zona eza Isiraeri, nabo baliba

1

2 bantu bange. Bwati bwayogera Mukama nti
Abantu abafikawo ku kitala bālaba ekisa mu
lukola; Isiraeri, bwenagenda okumuwumuza.
3 Mukama yandabikira da (ngayogera nti) We-
wawo, nkwagade nokwagala okutaligwawo:
4 kyenvude nkuwalula nekisa. Ndikuzimba nate,
nawe olizimbibwa, gwe omuwala wa Isiraeri:
oliyonjebwa nate nebitasabyo, era olifuluma mu
5 kuzina kwabo abasanyuka. Olisimba nate ensu-
ku ezemizabibu ku nsozi Eze·amaliya: abasimbi
6 balisimba nebalya (ebibala byamu). Kubanga
olunaku lulituka abo abakumira ku nsozi za
Eferaimu lwebalikaba nti Mugolokoke, twambuke
7 Esayuni eri Mukama Katonda wafe. Kubanga
bwati bwayogera Mukama nti Muimbe olwa
Yakobo nesanyu, mwogerere wagulu olwomukulu
wamawanga: mulangire, mutendereze, mwogere
nti Ai Mukama, lokola abantubo abafise ku
8 Isiraeri. Laba, ndibagya munsi eyobukika obwa
kono, nembakunganya okuva mu njuwi zensi
ezikomererayo, (era) wamu nabo omuzibe wamaso
nawenyera, omukazi ali olubuto noyo alumwa
okuzala wamu: balikomawo wano ekibina kinene.
9 Balija nga bakaba amaziga, era ndibaleta nga
begairira: ndibatambuza ku mabali gemiga egi-
rimu ama'zi, mu kubo egolokofu mwebatalyesi-
tala: kubanga ndi kitawe eri Isiraeri, ne Eferaimu
ye muberyeberye wange.
10 Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe ama-
wanga, mukibulirire ku bizinga ebiri ewala; mwo-
gere nti Oyo eyasasanya Isiraeri yalimukunganya,
era alimukuma ngomusumba bwakuma ekisibokye.
11 Kubanga Mukama anunude Yakobo, era amuguze
okumugya mu mukono gwoyo eyamusinga
12 amanyi. Awo balija nebaimbira ku ntiko ya
Sayuni, era balikulukutira wamu awali obulungi
bwa Mukama, awali engano nawali omwenge na-

wali amafuta nawali abana bembuzi nabente : nememe yabwe eriba ngolusuku olufukirirwaama'zi, so tebalibako buinike nate na katono. Awo omu- 13
wala lwalisanyukira amazina, nabalenzi nabakade wamu : kubanga okukungubaga kwabwe ndikufula esanyu, era ndibakubagiza nembasanyusa okuva mu buinike bwabwe. Era ndikusa 14
amasavu ememe ya bakabona, nabantu bange balikuta obulungi bwange, bwayogera Mukama.

Bwati bwayogera Mukama nti Edobozi liwuli- 15
dwa mu Lama, okukungubaga nokukaba amaziga mangi, Lakeri ngakabira abanabe ; agana okukubagizibwa olwabanabe, kubanga tewakyali. Bwati bwayogera Mukama nti Zibikiriza edobo- 16
ziryo lireme okukaba, namasogo galeme okuleta amaziga : kubanga omulimugwo guliwebwa empera, bwayogera Mukama ; era balida nate okuva munsi yomulabe. Era waliwo esubi 17
eryenkomereroyo eyoluvanyuma, bwayogera Mukama ; nabanabo balija nate mu nsalo yabwe bo. Mazima mpulide Eferaimu nga yekabirako 18
(bwati) nti Onkangavude nenkangavulwa ngenyana etemanyide (kikoligo) : nkyusa gwe nange nakyusibwa ; kubanga gwe Mukama Katonda wange. Mazima bwenamala okukyusibwa nene- 19
nenya ; era bwenamala okuigirizibwa nenkuba ku kisambi kyange : nakwatibwa ensonyi, wewawo, naswala kubanga nasitula ekivume ekyomubuto bwange. Eferaimu mwana wange 20
omwagalwa ? mwana ansanyusa ? kubanga buli lwe'mwogerako obubi nkyamujukira nyo nyini : omwoyo gwange kyeguvude gunuma kululwe ; sirirema kumukwatirwa kisa, bwayogera Mukama.

Wesimbire obubonero ku kubo, wekolere 21
empagi ezitegeza : teka omutimagwo awali olugudo, lye kubo lyewafulumamu : komawo,

ai omuwala wa Isiraeri, komawo mu bibugabyo
22 bino. Olitusa wa okutambulatambula eruwi neruwi, ai gwe omuwala ada enyuma? kubanga Mukama atonze ekigambo ekigya munsi, omukazi alyetolola musaja.
23 Bwati bwayogera Mukama wegye Katonda wa Isiraeri nti Oliba oli awo nebogera nate ekigambo kino munsi ya Yuda ne mu bibuga byayo, bwendikomyawo obusibe bwabwe, nti Mukama akuwe omukisa, gwe ekifo omubera obutukirivu,
24 gwe olusozi olwobutukuvu. Awo Yuda nebibuga byayo byona balitula omwo wamu; abalimi
25 nabo abatambula nga balina ebisibo. Kubanga nzikusiza ememe ekoye, na buli meme eriko obu-
26 inike ngijuziza. Awo nendyoka nzukuka nenda-
27 ba; otulo twange netumpomera. Laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwendisiga enyumba ya Isiraeri nenyumba ya Yuda nensigo eyabantu
28 nensigo eyensolo. Awo olulituka nga bwenalabiriranga okusimbula nokumenyamenya nokusula nokuzikiriza nokubonyabonya; bwentyo bwendibalabirira okuzimba nokusimba, bwayogera
29 Mukama. Mu naku ezo nga tebakyayogera nate nti Bakitabwe balide ezabibu ezinyunyuntula, nama-
30 nyo gabana ganyenyera. Naye buli muntu alifa olwobutali butukirivubwe ye: buli muntu alya ezabibu ezinyunyuntula, amanyoge ge galinyenyera.
31 Laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwendiragana endagano empya nenyumba ya Isiraeri
32 nenyumba ya Yuda: si ngendagano bweyali gyenalagana ne bajaja babwe ku lunaku lwenabakwata ku mukono okubagya munsi Yemisiri; endagano yange eyo nebagimenya newakubade
33 nga nali mbawasiza, bwayogera Mukama. Naye eno ye ndagano gyendiragana nenyumba ya Isiraeri oluvanyuma lwenaku ezo, bwayogera Mu-

kama ; nditeka amateka gange mu bitundu bya-
bwe ebyomunda, era mu mutima gwabwe mwe-
ndigawandikira ; nange ndiba Katonda wabwe,
nabo baliba bantu bange: songa tebakyaigiriza 34
nate buli muntu mune na buli muntu mugandawe
nga bogera nti Manya Mukama : kubanga bona
baji'manya, okuva ku muto kubo okutuka ku
mukulu kubo, bwayogera Mukama : kubanga
ndisonyiwa obutali butukirivu bwabwe, nekibi
kyabwe sirikijukira nate. Bwatyo bwayogera 35
Mukama awa enjuba okwakanga emisana noku-
lagira okwomwezi nemunyenye okwakanga ekiro,
afukula enyanja amayengo gayo negawuma ;
Mukama wegye lye linyalye, nti Ebiragiro bino 36
bwebiriva mu maso gange, bwayogera Mukama,
awo nezade lya Isiraeri lirireka okuba egwanga
mu maso gange enaku zona. Bwati bwayo- 37
gera Mukama nti Egulu eriri wagulu obanga
iinzika okugerebwa, nemisingi gyensi (obanga
giinzika) okukeberwa wansi, awo nange ndisula
ezade lyona erya Isiraeri olwa byona byebakola,
bwayogera Mukama. Laba, enaku zija, bwayo- 38
gera Mukama, ekibuga lwekirizimbirwa Mukama
okuva ku kigo kya Kananeri okutuka ku muzigo
ogwokunsonda. Oliba oli awo omugwa ogugera 39
negufuluma nga gu'tulukuse okutuka ku lusozi
Galebu, era gulikyuka negutuka ku Goa. Neki- 40
wonvu kyona ekyemirambo nekyevu nenimiro
zona okutuka ku kaga Kidironi, okutuka ku
nsonda eyomuzigo ogwembalasi okwolekera ebu-
vanjuba, kiriba kitukuvu eri Mukama : so teki-
risimbulwa so tekirisulibwa nate emirembe
gyona.

32

Ekigambo ekyajira Yeremiya okuva eri Mu- 1
kama mu mwaka ogwekumi ogwa Zedekiya

kabaka wa Yuda, gwe gwali omwaka ogwekumi
2 nomunana ogwa Nebukadineza. Awo mu biro
ebyo egye lya kabaka Webabuloni lyali lizingiziza Yerusalemi: ne Yeremiya nabi yali asibidwa
mu lugya olwabambowa, olwali mu nyumba ya
3 kabaka wa Yuda. Kubanga Zedekiya kabaka
wa Yuda yali amusibye ngayogera nti Kiki ekikulaguza noyogera nti Bwati bwayogera Mukama
nti Laba, ndiwayo ekibuga kino mu mukono gwa
4 kabaka Webabuloni, naye alikimenya; ne Zedekiya kabaka wa Yuda taliwona mu mukono Gwabakalidaya, naye talirema kuwebwayo mu mukono gwa kabaka Webabuloni, era alyogera
naye akamwa nakamwa, namasoge galiraba
5 amaso goyo; era alitwala Zedekiya Ebabuloni,
era alibera eyo okutusa lwendimujira, bwayogera
Mukama: newakubade nga mulwana Nabakalidaya, temuliraba mukisa.
6 Awo Yeremiya nayogera nti Ekigambo kya
7 Mukama kyaja gyendi nga kyogera nti Laba,
Kanameri mutabani wa Salumu kojawo alija
gyoli ngayogera nti Wegulire enimiro yange eri
mu Anasosi: kubanga okuginunula kukwo.
8 Awo Kanameri omwana wa koja wange naja
gyendi mu lugya olwabambowa, ngekigambo
bwekyali ekya Mukama, nangamba nti Nkwegairide, gula enimiro yange eri mu Anasosi ekiri
munsi ya Benyamini: kubanga obusika bubwo,
lokuginunula kukwo; wegulire weka. Awo nendyoka ntegera ngekyo kye kigambo kya Mu-
9 kama. Nengula enimiro eyali mu Anasosi eri
Kanameri omwana wa koja wange, nemupimira
10 efeza, sekeri eza feza kumi na musanvu. Nempandika erinya lyange ku kiwandiko nenkisako
akabonero, nempita abajulirwa nemupimira
11 efeza mu minzani. Awo nentola ekiwandiko
ekyokugula, ekyo ekitekedwako akabonero, nge-

teka nempisa bwebiri, era nekyo ekyali si kisibe :
nempayo ekiwandiko ekyokugula eri Baluka 12
mutabani wa Meraya mutabani wa Maseya,
Kanameri (omwana) wa koja wange nga wali na-
bajulirwa nga webali abawandika amanya gabwe
ku kiwandiko ekyokugula mu maso Gabayu-
daya bona abatulanga mu lugya olwabambowa.
Nenkutîra Baluka mu maso gabwe nga njogera 13
nti Bwati bwayogera Mukama wegye Katonda 14
wa Isiraeri nti Dira ebiwandiko bino, ekiwa-
ndiko kino ekyokugula, ekyo ekitekedwako aka-
bonero era nekiwandiko kino ekitali kisibe,
obitereke mu kintu ekyebumba; bimale enaku
nyingi. Kubanga bwati bwayogera Mukama 15
wegye Katonda wa Isiraeri nti Oliba oli awo
enyumba nenimiro nensuku ezemizabibu nebigu-
lirwa nate munsi eno.

Awo nga 'maze okuwayo ekiwandiko ekyoku- 16
gula eri Baluka mutabani wa Neriya, nensaba
Mukama nga njogera nti Ai Mukama Katonda! 17
laba, watonda egulu nensi nobuinzabwo obungi
nomukonogwo ogwagololwa; tewali kigambo
kikulema: akola enkumi nenkumi ebyekisa, 18
nosasula obutali butukirivu bwa bakitabwe mu
kifuba kyabana babwe abadawo: Katonda omu-
kulu owamanyi, Mukama wegye lye linyalye:
omukulu mu kutesa era owamanyi mu kukola 19
emirimu: amasogo gatunulira amakubo gona
agabana babantu; okuwa buli muntu ngamaku-
boge bwegali era ngebibala byebikolwabye bwe-
biri: eyasawo obubonero nebyamagero munsi 20
Yemisiri ne lero, mu Isiraeri era ne mu bantu
(abalala); newefunira erinya nga lero; nogya 21
abantubo Isiraeri munsi Yemisiri nobubonero
nebyamagero nengalo ezamanyi nomukono ogwa-
gololwa nentisa nyingi; nobawa ensi eno gye- 22
walairira bajaja babwe okubawa, ensi ekulukuta

23 namata nomubisi gwenjuki; nebaingira nebagirya; naye nebatagondera doboziryo, so tebatambulira mu matekago; tebakolanga kigambo kyona kwebyo byona byewabalagira okukola: kyewava obaletako obubi buno bwona: laba entumo,
24 zituse mu kibuga okukimenya; ekibuga nekiwebwayo mu mukonoGwabakalidaya abalwana nakyo olwekitala nenjala ne kawumpuli: era ebyo bye-
25 wayogera bitukiride; era, laba, obitunulide. Era ongambye, ai Mukama Katonda, nti Wegulire enimiro nebintu oite abajulirwa; era naye ekibuga kiweredwayo mu mukono Gwabakalidaya.
26 Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Yere-
27 miya nga kyogera nti Laba, nze ndi Mukama Katonda wabo bona abalina omubiri: waliwo ekigambo kyona ekinema?
28 Mukama kyava ayogera bwati nti Laba, ndiwayo ekibuga kino mu mukono Gwabakalidaya ne mu mukono gwa Nebukadireza kabaka Weba-
29 buloni, era alikimenya: Nabakalidaya abalwanyisa ekibuga kino balija balikoleza ekibuga kino nebakyokya, nenyumba zebayotererezangako wagulu obubane Baali, nebafukira bakatonda abalala ebiwebwayo ebyokunywa okunsunguwaza.
30 Kubanga abana ba Isiraeri nabana ba Yuda bakakola ebyali ebibi mu maso gange ebyerere okuva mu buto bwabwe: kubanga abana ba Isiraeri bānsunguwaza busunguwaza nomulimu
31 ogwengalo zabwe, bwayogera Mukama. Kubanga ekibuga kino kyaletanga obusungu bwange nekiruwi kyange okuva ku lunaku lwebakizimba ne lero; nkijulule okukigya mu maso gange:
32 olwobubi bwona obwabana ba Isiraeri nobwabana ba Yuda bwebakola okunsunguwaza, bo ne bakabaka babwe, abakungu babwe, bakabona babwe ne banabi babwe nabasaja ba Yuda nabali mu Yerusa-
33 lemi. Era bankubye enkoto so si maso: era

newakubade nga nabaigiriza, nga ngolokoka mu
makya nembaigiriza, naye tebawulirizanga okukiriza okuiga. Naye nebateka emizizo gyabwe mu 34
nyumba etumibwako erinya lyange okugyonona.
Era bazimba ebifo ebigulumivu ebya Baali ebiri 35
mu kiwonvu kya mutabani wa Kinomu, okuisa
batabani babwe nabawala babwe (mu muliro) eri
Moleka ; kyesibalagiranga so tekijanga mu mwoyo
gwange, bakole omuzizo ogwo ; okwononyesa
Yuda.

Kale no bwati bwayogera Mukama Katonda 36
wa Isiraeri ebyekibuga kino kyemwogerako nti
Kiweredwayo mu mukono gwa kabaka Webabuloni, olwekitala nenjala ne kawumpuli, nti Laba, 37
ndibakunganya okubagya munsi zona gyenabagobera mu busungu bwange ne mu kiruwi kyange
ne mu bukambwe obungi : era ndibakomyawo
mu kifo kino, era ndibatuza mirembe : era baliba 38
bantu bange, nange ndiba Katonda wabwe : era 39
ndibawa omutima gumu nekubo limu bantyenga
enaku zona ; balyoke babe bulungi bo nabana
babwe abalidawo : era ndiragana nabo endagano 40
eterigwawo, obutakyuka okubaleka okubakola
obulungi ; era nditeka entisa yange mu mitima
gyabwe baleme okunvako. Wewawo, ndibasa- 41
nyukira okubakolanga obulungi, era sirirema
kubasimba munsi eno nomutima gwange gwona
nememe yange yona. Kubanga bwati bwayogera 42
Mukama nti Nga bwendese obubi buno bwona obunene ku bantu bano, bwentyo bwendibaletako obulungi bwona bwenabasubiza. Awo enimiro zirigulirwa munsi enogyemwogerako nti Ezise, temuli 43
muntu newakubade ensolo ; eweredwayo mu
mukono Gwabakalidaya. Abantu baligula eni- 44
miro nebintu, nebawandika amanya gabwe ku
biwandiko nebabitekako obubonero nebaita abajulirwa munsi ya Benyamini ne mu bifo ebiriranye

Yerusalemi ne mu bibuga bya Yuda ne mu bibuga ebyomunsi eyensozi ne mu bibuga ebyomunsenyi ne mu bibuga ebyebukika obwadyo: kubanga ndikomyawo obusibe bwabwe, bwayogera Mukama.

33

1 Era nate ekigambo kya Mukama nekimujira Yeremiya omulundi ogwokubiri, bweyali ngakyasibibwa mu lugya olwabambowa, nga kyogera nti
2 Bwati bwayogera Mukama akikola, Mukama akibumba okukinyuweza; Mukama lye linyalye;
3 nti Mpita, nange nakuitaba nenkwolesa ebikulu
4 nebizibu byotomanyi. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri ebyenyumba ezomukibuga kino nebyenyumba za bakabaka ba Yuda ezabizibwa okulwana nenkomera nekitala,
5 nti Baja okulwana Nabakalidaya, naye kuzijuza bujuza mirambo gya bantu benzise nobusungu bwange nekiruwi kyange, obubi bwabwe bwona
6 bwe bunkisizi'za amaso gange ekibuga kino. Laba, ndikiretera obulamu nokuwonyezebwa, nange ndibawonya; era ndibabikulira emirembe nama-
7 zima bingi nyo nyini. Era ndikomyawo obusibe bwa Yuda nobusibe bwa Isiraeri, era ndibazimba
8 ngoluberyeberye. Era ndibanazako obutali butukirivu bwabwe bwona bwebanyonona; era ndisonyiwa obutali butukirivu bwabwe bwona
9 bwebanyonona era bwebansobya. (Nekibuga kino) kiriba gyendi erinya eryesanyu, netendo nekitibwa, mu maso gamawanga gona agokunsi agaliwulira obulungi bwona bwembakola, nebatya nebakankana olwobulungi bwona nolwemi-
10 rembe gyona byenkifunira. Bwati bwayogera Mukama nti Oliba oli awo nemuwulirwa mu kifo kino kyemwogerako nti Kizise, temuli muntu newakubade ensolo, mu bibuga bya Yuda ne mu

ngudo Ezeyerusalemi ezizise nga temuli muntu
newakukade aziberamu, era nga temuli nsolo,
edobozi eryokusanyuka nedobozi eryokujaguza, 11
edobozi lyawasa omugole nedobozi lyomugole,
edobozi lyabo abogera nti Mumwebaze Mukama
wegye kubanga Mukama mulungi, kubanga
okusasirakwe kwa luberera: (neryabo) abaleta
(sadaka) ezokwebaza mu nyumba ya Mukama.
Kubanga ndikomyawo obusibe obwensi ngolu-
beryeberye, bwayogera Mukama wegye. Bwati 12
bwayogera Mukama wegye nti Oliba oli awo
nemubera mu kifo kino ekizise, nga temuli muntu
era nga temuli nsolo, ne mu bibuga byakyo
byona, olusisira olwabasumba abagalamiza ebisibo
byabwe. Ebisibo biriita nate wansi wemikono 13
gyoyo abibala mu bibuga ebyomunsi eyensozi ne
mu bibuga ebyomunsi eyensenyi ne mu bibuga
ebyebukika obwadyo ne munsi ya Benyamini
ne mu bifo ebiriranye Yerusalemi ne mu bibuga
bya Yuda, bwayogera Mukama.

Laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwendi- 14
tukiriza ekigambo ekyo ekirungi kyenayogera ku
nyumba ya Isiraeri ne ku nyumba ya Yuda. Mu 15
naku ezo ne mu biro ebyo ndimereza Daudi
Etabi eryobutukirivu; era oyo alitukiriza eby-
obutukirivu nebyensonga munsi. Mu naku ezo 16
Yuda alirokoka ne Yerusalemi kiritula mirembe:
na lino lye (linya) lyekiritumibwa, nti Mukama
bwe butukirivu bwafe. Kubanga bwati bwayo- 17
gera Mukama nti Daudi talibulwa musaja wa
kutula ku ntebe eyenyumba ya Isiraeri emi-
rembe gyona; so ne bakabona, Abalevi, tebali- 18
bulwa musaja mu maso gange owokuwangayo
ebiwebwayo ebyokebwa nokwokya ebitone noku-
salanga sadaka olutata. Awo ekigambo kya 19
Mukama nekimujira Yeremiya nga kyogera nti
Bwati bwayogera Mukama nti Obanga muinza 20

okumenya endagano yange eyemisana nendagano
yange eyekiro, waleme okubawo emisana nekiro
21 mu ntuko zabyo; awo nendagano einzika okume-
nyeka eri Daudi omudu wange, aleme okuba
nomwana okufugira ku ntebeye; neri Abalevi,
22 bakabona, abawereza bange. Ngegye eryomu-
gulu bweritainzika kubalibwa, so nomusenya
ogwenyanja okugerebwa; bwentyo bwendyaza
ezade lya Daudi omudu wange Nabalevi abampe-
23 reza. Awo ekigambo kya Mukama nekimujira
24 Yeremiya nga kyogera nti Tolowoza abantu
bano byebogede nti Enda zombi Mukama zeya-
londa azisude? bwebatyo bwebanyoma abantu
bange baleme okuba nate egwanga mu maso
25 gabwe. Bwati bwayogera Mukama nti Endagano
yange eyemisana nekiro obanga tenyuwera,
26 obanga sasawo biragiro bya gulu nensi; awo
ndisula nezade lya Yakobo nerya Daudi omudu
wange, neme okutwala ku zaderye okufuganga
ezade lya Ibulaimu ne Isaka ne Yakobo: ku-
banga ndikomyawo obusibe bwabwe, era ndiba-
sasira.

34

1 Ekigambo ekyajira Yeremiya okuva eri Mu-
kama, Nebukadineza kabaka Webabuloni negye-
rye lyona nensi zona eza bakabaka ezokutaka
zatwala namawanga gona bwebalwana ne Yerusa-
lemi nebibuga byakyo byona, nga kyogera nti
2 Bwati bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri
nti Genda ogambe Zedekiya kabaka wa Yuda
omubulire nti Bwati bwayogera Mukama nti Laba,
ndigabula ekibuga kino mu mukono gwa kabaka
3 Webabuloni, era alikyokya omuliro: so nawe
toliwona mu mukonogwe, naye tolirema ku-
wambibwa nowebwayo mu mukonogwe; nama-
sogo galiraba amaso ga kabaka Webabuloni, era

alyogera nawe akamwa, nakamwa, era oligenda Ebabuloni. Era naye wulira ekigambo kya Mukama, ai Zedekiya kabaka wa Yuda: bwati bwayogera Mukama kugwe nti Tolifa na kitala; olifa mirembe; era ngokwokya bwekwabanga okwa bajajabo bakabaka abeda abakusoka, bwebatyo bwebalikukolera okwokya; era balikukungubagira (nga bogera nti) Wowe, Mukama wafe! kubanga njogede ekigambo ekyo, bwayogera Mukama. Awo Yeremiya nabi nagamba Zedekiya kabaka wa Yuda ebigambo ebyo byona mu Yerusalemi, egye lya kabaka Webabuloni bwervali nga lirwana ne Yerusalemi nebibuga byona ebya Yuda ebyali bisigade, Lakisi ne Azeka; kubanga ebyo (byoka) bye byasigala ku bibuga bya Yuda nga biriko enkomera.

Ekigambo ekyamujira Yeremiya okuva eri Mukama, kabaka Zedekiya bweyali ngamaze okulagana endagano nabantu bona abali mu Yerusalemi, okubalangira edembe; buli muntu ate omuduwe na buli muntu ate omuzanawe, obanga Mweberaniya, musaja oba mukazi, okuba owedembe; waleme okubawo abafula abadu, Omuyudaya mugandawe: awo abakungu bona nabantu bona nebagonda, abali balaganye endagano buli muntu okuta omuduwe na buli muntu okuta omuzanawe okuba owedembe, waleme okubawo abafula abadu nate; nebagonda nebabata: naye oluvanyuma nebakyuka, nebakomyawo abadu nabazana bebali batade, nebabafuga okuba abadu nabazana: ekigambo kya Mukama kyekyava kimujira Yeremiya okuva eri Mukama nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri nti Nalagana endagano ne bajaja bamwe ku lunaku kwenabagyira munsi Yemisiri mu nyumba eyobudu, nga njogera nti Emyaka musanvu bwegigwangako, mumutanga buli muntu mugandawe Omweberaniya gwebakuguza

era eyakuwerereza emyaka mukaga, omutanga
okuba owedembe okuva woli : naye bajaja bamwe
15 nebatampulira, so tebatega kutu kwabwe. Namwe
kakano mwali mukyuse era nga mukoze ekiri mu
maso gange ekirungi, nga mulangira edembe buli
muntu mune ; era mwali mulaganide endagano
mu maso gange mu nyumba etumidwako erinya
16 lyange : naye nemukyuka nemuvumisa erinya
lyange, nemukomyawo buli muntu omuduwe na
buli muntu omuzanawe, bemwali mutade okuba
abedembe nga bwebagala ; nemubafuga okuba
17 gyemuli abadu nabazana. Mukama kyava ayo-
gera bwati nti Temumpulide okulangira edembe
buli muntu eri mugandawe na buli muntu eri
mune : laba, nze mbalangira mwe edembe, bwa-
yogera Mukama, eri ekitala neri kawumpuli neri
enjala ; era ndibawayo okuyugumizibwa eruwi
18 neruwi munsi zona eza bakabaka ezokutaka. Era
ndiwayo abasaja abasobya endagano yange aba-
takoze bigambo bya ndagano gyebalaganira mu
maso gange, bwebasala mu nyana ebitundu ebi-
19 biri nebaita wakati webitundu byayo ; abakungu
ba Yuda nabakungu ba Yerusalemi, abalawe ne
bakabona nabantu bona abomunsi abaita wakati
20 webitundu byenyana ; okuwayo ndibawayo mu
mukono gwabalabe babwe ne mu mukono gwabo
abanonya obulamu bwabwe : nemirambo gyabwe
giriba mere eri enyonyi ezomugulu neri ensolo
21 ezomunsi. Era Zedekiya kabaka wa Yuda naba-
kungube ndibawayo mu mukono gwabalabe
babwe, ne mu mukono gwabo abanonya obulamu
bwabwe, ne mu mukono gwegye lya kabaka
22 Webabuloni, ababavudeko abambuse. Laba, ndi-
ragira, bwayogera Mukama, nembakomyawo ku
kibuga kino ; era balirwana nakyo nebakimenya
nebakyokya omuliro : era ndifula ebibuga bya
Yuda amatongo nga temuli abiberamu.

35

EKIGAMBO ekyajira Yeremiya ekyava eri Mu- 1
kama mu mirembe gya Yekoyakimu mutabani wa
Yosiya kabaka wa Yuda nga kyogera nti Genda eri 2
ekika Ekyabalekabu oyogere nabo obaingize mu
nyumba ya Mukama, mu kisenge ekimu, obawe
omwenge okunywa. Awo nentwala Yaazaniya 3
mutabani wa Yeremiya mutabani wa Kabaziniya
ne bagandabe ne batabanibe bona nekika kyona
Ekyabalekabu; nembaingiza mu nyumba ya 4
Mukama, mu kisenge kya batabani ba Kanani
mutabani wa Igadaliya omusaja wa Katonda,
ekyalirana ekisenge ekyabakungu, ekyali wagulu
wekisenge kya Maaseya mutabani wa Salumu
omugazi: nenteka ebita ebijude omwenge ne- 5
ndeku mu maso gabana bekika Ekyabalekabu,
nembagamba nti Munywe omwenge. Naye bo 6
nebogera nti tetunywe ku mwenge: kubanga
Yonadabu mutabani wa Lekabu jajafe yatulagira
ngayogera nti Temunywanga ku mwenge, mwe
newakubade batabani bamwe, emirembe gyona:
so temuzimbanga nyumba so temusiganga nsigo 7
so temusimbanga lusuku lwa mizabibu so temu-
banga nazo: naye munamalanga enaku zamwe
zona mu wema; muwangale enaku nyingi munsi
gyemutulamu. Era twagondera edobozi lya 8
Yonadabu mutabani wa Lekabu jajafe mu byona
byeyatukutira, obutanywanga ku mwenge enaku
zafe zona, fe ne bakazi bafe ne batabani bafe ne
bawala bafe; newakubade okwezimbira enyu- 9
mba okutulamu: so tetulina lusuku lwa miza- 10
bibu newakubade enimiro newakubade ensigo:
naye twabanga mu wema netugonda netukola
nga byona bwebyali Yonadabu jajafe byeyatu-
lagira. Naye olwatuka Nebukadireza kabaka 11
Webabuloni bweyatabala ensi, netwogera nti

Muje tugende Eyerusalemi olwokutya egye Eryabakalidaya nolwokutya egye Eryabasuli ; kyetuva tubera Eyerusalemi.

12 Awo ekigambo kya Mukama nekiryoka kimu-
13 jira Yeremiya nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Genda obagambe abasaja ba Yuda nabali mu Yerusalemi nti Temukirize kuigirizibwa okuwuliriza ebi-
14 gambo byange? bwayogera Mukama. Ebigambo bya Yonadabu mutabani wa Lekabu byeyalagira batabanibe, obutanywanga ku mwenge, byatukirizibwa, so tebanywako na guno gujwa, kubanga bagondera ekiragiro kya jaja wabwe : naye nze nayogera namwe, nga ngolokoka mu makya nenjo-
15 gera ; so temumpulirizanga. Nokutuma mbatumide abadu bange bona banabi, nga ngolokoka mu makya nembatuma, nga njogera nti Mude no buli muntu okuleka ekubolye ebi, mulongose ebikolwa byamwe, so temugobereranga bakatonda abalala okubawereza, awo mulitula munsi gyenawa mwe ne bajaja bamwe ; naye temuteganga kutu
16 kwamwe so temumpulirizanga. Kubanga batabani ba Yonadabu mutabani wa Lekabu batukiri'za ekiragiro kya jaja wabwe kyeyabalagira,
17 naye abantu bano tebampuliri'za ; Mukama, Katonda owegye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bwati nti Laba, ndireta ku Yuda ne kwabo bona abali mu Yerusalemi obubi bwona bwenakabogerako : kubanga nayogera nabo, naye nebatawulira ; era mbaise, naye nebataitaba.
18 Awo Yeremiya nagamba ekika Ekyabalekabu nti Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Kubanga mugondede ekiragiro kya Yonadabu jaja wamwe nemukwata byona byeyakutira nemukola nga byona bwebyali bye-
19 yabalagira ; Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bwati nti Yonadabu mutabani wa

Lekabu talibulwa musaja wa kuimirira mu maso gange enaku zona.

36

Awo olwatuka mu mwaka ogwokuna ogwa 1
Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa
Yuda ekigambo kino nekimujira Yeremiya
ekyava eri Mukama nga kyogera nti Dira 2
omuzingo gwekitabo, owandike emwo ebigambo
byona byenakubulira eri Isiraeri neri Yuda neri
amawanga gona, okuva ku lunaku lwenayogera
nawe, okuva ku mirembe gya Yosiya, ne lero.
Mpozi enyumba ya Yuda baliwulira obubi bwona 3
bwentesa okubakola; era bade buli muntu
okuleka ekubolye ebi; ndyoke nsonyiwe obutali
butukirivu bwabwe nekibi kyabwe. Awo Yere- 4
miya naita Baluka mutabani wa Neriya; Baluka
nawandika ku muzingo gwekitabo ngagya mu
kamwa ka Yeremiya ebigambo byona ebya
Mukama byeyali amubulide. Awo Yeremiya 5
nalagira Baluka ngayogera nti Nsibidwa; siinza
kuingira mu nyumba ya Mukama: kale genda 6
gwe osome mu muzingo gwowandise ngogya mu
kamwa kange ebigambo bya Mukama, mu matu
gabantu mu nyumba ya Mukama ku lunaku
olwokusĩbirako: era obisomanga ne mu matu
gaba Yuda bona abava mu bibuga byabwe.
Mpozi balireta okwegairira kwabwe mu maso ga 7
Mukama, nebada buli muntu okuleka ekubolye
ebi: kubanga obusungu nekiruwi Mukama bya-
yogede eri abantu bano binene. Awo Baluka 8
mutabani wa Neriya nakola nga byona bwebyali
Yeremiya nabi byeyamulagira, ngasoma mu
kitabo ebigambo bya Mukama mu nyumba ya
Mukama.
Awo olwatuka mu mwaka ogwokutano ogwa 9
Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa

Yuda, mu mwezi ogwomwenda, abantu bona abali
mu Yerusalemi nabantu bona abava mu bibuga
bya Yuda nebaja Eyerusalemi nebalangira
10 okusiba mu maso ga Mukama. Awo Baluka
nasoma mu kitabo ebigambo bya Yeremiya mu
nyumba ya Mukama, mu kisenge kya Gemaliya
mutabani wa Safani omuwandisi mu lugya
olwengulu awaingirirwa mu muzigo omugya
ogwenyumba ya Mukama, mu matu gabantu
11 bona. Awo Mikaya mutabani wa Gemaliya
mutabani wa Safani bweyawulira mu kitabo
12 ebigambo byona ebya Mukama, naserengeta
mu nyumba ya kabaka mu kisenge ekyomu-
wandisi : awo, laba, abakungu bona nga batude
omwo, Erisama omuwandisi ne Deraya mutabani
wa Semaya ne Erinasani mutabani wa Akabola
ne Gemaliya mutabani wa Safani ne Zedekiya
13 mutabani wa Kananiya nabakungu bona. Awo
Mikaya nalyoka ababulira ebigambo byona
byeyali awulide, Baluka bwasomye ekitabo mu
14 matu gabantu. Abakungu bona kyebava batuma
Yekudi mutabani wa Nesaniya mutabani wa
Seremiya mutabani wa Kusi eri Baluka nga
bogera nti Dira omuzingo gwekitabo mwosomye
mu matu gabantu mu mukonogwo, oje. Awo
Baluka mutabani wa Neriya nadira omuzingo
15 mu mukonogwe naja gyebali. Nebamugamba
nti Tula no obisome mu matu gafe. Awo Baluka
16 nabisoma mu matu gabwe. Awo olwatuka bwe-
bamala okuwulira ebigambo byona, nebatunu-
laganako nga batya, nebagamba Baluka nti Tetu-
leme kubulira kabaka ebigambo ebyo byona.
17 Nebabuza Baluka nga bogera nti Tubulire no,
wawandika otya ebigambo ebyo byona ngogya
18 mu kamwake? Awo Baluka nabadamu nti Ye
yambulira ebigambo ebyo byona nakamwake,
nange nembiwandika nebuino mu kitabo kino.

Awo abakungu nebamugamba Baluka nti Genda 19
wekweke, gwe ne Yeremiya; so omuntu yena
aleme okumanya gyemuli. Awo nebaingira eri 20
kabaka mu lugya; naye nga bamaze okutereka
omuzingo mu kisenge kya Erisama omuwandisi;
nebabulira ebigambo byona mu matu ga kabaka.
Awo kabaka natuma Yekudi okukima omuzingo: 21
nagugya mu kisenge kya Erisama omuwandisi.
Awo Yekudi nagusoma mu matu ga kabaka ne
mu matu gabakungu bona abaimirira okulirana
kabaka. Awo kabaka yali atude mu nyumba 22
eya togo mu mwezi ogwomwenda: era (omuliro
nga guli mu) lubumbiro nga gwaka mu masoge.
Awo olwatuka Yekudi bweyamala okusoma 23
empapula satu oba nya, (kabaka) nagusala na-
kambe akomuwandisi nagusula mu muliro ogwali
mu lubumbiro, omuzingo negugya mu muliro
ogwali mu lubumbiro. So tebatya so tebayuza 24
byambalo byabwe, kabaka newakubade abadube
nomu abawulira ebigambo ebyo byona. Era nate 25
Erinasani ne Deraya ne Gemaliya bali bamwe-
gairide kabaka obutayokya muzingo: naye nata-
kiriza kubawulira. Awo kabaka nalagira Yera- 26
meeri mwana wa kabaka ne Seraya mutabani
wa Azirieri ne Seremiya mutabani wa Abudeeri
okukwata Baluka omuwandisi ne Yeremiya nabi:
naye Mukama nabakweka.

Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Yere- 27
miya, kabaka ngamaze okwokya omuzingo ne-
bigambo Baluka byeyawandika ngagya mu
kamwa ka Yeremiya, nga kyogera nti Dira nate 28
omuzingo omulala, owandike omwo ebigambo
byona ebyasoka ebyali mu muzingo ogwoluberye-
berye Yekoyakimu kabaka wa Yuda gwayokeza.
Era ebya Yekoyakimu kabaka wa Yuda olyogera 29
nti Bwati bwayogera Mukama nti Oyokeza
omuzingo guno ngoyogera nti Kiki ekikuwandi-

siza omwo ngoyogera nti Kabaka Webabuloni talirema kuja nazikiriza ensi eno, era alimalawo omwo
30 omuntu nensolo? Mukama kyava ayogera bwati ebya Yekoyakimu kabaka wa Yuda nti Taliba na wa kutula ku ntebe ya Daudi nomu: nomulambogwe gulisulibwa eri olubugumu emisana
31 neri empewo ekiro. Era ndimubonereza nezaderye nabadube olwobutali butukirivu bwabwe; era ndibaletako ne kwabo abali mu Yerusalemi ne ku basaja ba Yuda obubi bwona bwenakabogerako, naye nebatawulira. Awo Yeremiya
32 nadira omuzingo ogwokubiri, nagumuwa Baluka omuwandisi mutabani wa Neriya; ye nawandika omwo ngagya mu kamwa ka Yeremiya ebigambo byona ebyomukitabo Yekoyakimu kabaka wa Yuda kyeyayokya mu muliro: era nebyongerwako ebigambo bingi ebibifanana.

37

1 Awo Zedekiya mutabani wa Yosiya nafuga nga ye kabaka mu kifo kya Koniya mutabani wa Yekoyakimu Nebukadireza kabaka Weba-
2 buloni gweyafula kabaka munsi ya Yuda. Naye teyawulira bigambo bya Mukama byeyayogerera mu nabi Yeremiya, ye newakubade abadube newakubade abantu abomunsi.
3 Awo Zedekiya kabaka natuma Yekukali mutabani wa Seremiya ne Zefaniya mutabani wa Maaseya kabona eri nabi Yeremiya, ngayogera
4 nti Tusabire no eri Mukama Katonda wafe. Era Yeremiya yaingiranga nafulumanga mu bantu:
5 kubanga bali tebanamuteka mu komera. Era egye lya Falao lyali livude mu Misiri: awo Abakalidaya abali bazingiza Yerusalemi bwebawulira ebigambo byabwe, nebasasana okuva ku Yerusa-
6 lemi. Awo ekigambo kya Mukama nekimujira
7 nabi Yeremiya nga kyogera nti Bwati bwayo-

gera Mukama, Katonda wa Isiraeri, nti Bwemuti
bwemuba mugamba kabaka wa Yuda eyabatuma
gyendi okumbuza; nti Laba, egye lya Falao
eritabade okubabera lirida mu Misiri munsi
yewabwe. Era Abakalidaya balikomawo ne- 8
balwanyisa ekibuga kino; era balikimenya neba-
kyokya omuliro. Bwati bwayogera Mukama nti 9
Temwerimba nga mwogera nti Abakalidaya
tebalirema kutuvako: kubanga tebalibavako.
Kuba newakubade nga mugobye egye lyona 10
Eryabakalidaya abalwana namwe nemusigala
mubo abebiwundu berere, era naye bandigolokose
buli muntu mu wemaye nebokya ekibuga kino
omuliro.

Awo olwatuka egye Eryabakalidaya bwerya- 11
mala okusasana okuva ku Yerusalemi olwokutya
egye lya Falao, awo Yeremiya nafuluma mu 12
Yerusalemi okugenda munsi ya Benyamini oku-
webwa omugabogwe eyo wakati mu bantu. Awo 13
bweyali mu muzigo gwa Benyamini, omukulu
wabambowa yali ali eyo, erinyalye Iriya muta-
bani wa Seremiya mutabani wa Kananiya;
nakwata Yeremiya nabi ngayogera nti Osenga
Abakalidaya. Awo Yeremiya nayogera nti 14
Olimba; sisenga Bakalidaya; naye natamuwu-
lira: awo Iriya nakwata Yeremiya namuleta eri
abakungu. Awo abakungu nebamusunguwalira 15
Yeremiya nebamukuba nebamuteka mu komera
mu nyumba ya Yonasani omuwandisi; kubanga
gyebali bafude ekomera. Awo Yeremiya bweya- 16
tuka mu nyumba eyekinya ne mu buyu, era
Yeremiya bweyali ngamaze enaku nyingi omwo;
awo Zedekiya kabaka natuma namukima: kabaka 17
namubuza kyama mu nyumbaye nayogera nti
Waliwo ekigambo kyona ekivude eri Mukama?
Awo Yeremiya nayogera nti Wekiri. Era nayo-
gera nti Oliwebwayo mu mukono gwa kabaka

18 Webabuloni. Era nate Yeremiya nagamba
kabaka Zedekiya nti Nali nkwononye muki oba
abadubo oba abantu bano, nokuteka nemunteka
19 mu komera? Banabi bamwe no balirudawa
ababalagula nga bogera nti Kabaka Webabuloni
20 talibatabala newakubade ensi eno? Kale no
wulira, nkwegairide, ai mukama wange kabaka:
okwegairira kwange kukirizibwe mu masogo,
nkwegairide; oleme okunziza mu nyumba ya
21 Yonasani omuwandisi neme okufira omwo. Awo
Zedekiya kabaka nalagira nebateka Yeremiya mu
lugya olwabambowa, nebamuwa buli lunaku
omugati okuva mu lugudo olwabafumbi bemigati,
okutusa emigati gyona egyomukibuga lwegya-
gwawo. Awo Yeremiya nabera bwatyo mu lugya
olwabambowa.

38

1 Awo Sefatiya mutabani wa Matani ne Gedaliya
mutabani wa Pasula ne Yukali mutabani wa
Seremiya ne Pasula mutabani wa Malikiya neba-
wulira ebigambo Yeremiya byeyabulira abantu
2 bona ngayogera nti Bwati bwayogera Mukama
nti Asigala mu kibuga muno alifa nekitala
nenjala ne kawumpuli: naye oyo afuluma
nagenda eri Abakalidaya aliba mulamu, nobu-
lamubwe buliba munyago gyali, era aliba mulamu.
3 Bwati bwayogera Mukama nti Ekibuga kino
tekirirema kuwebwayo mu mukono gwegye lya
4 kabaka Webabuloni, naye alikimenya. Awo
abakungu nebagamba kabaka nti Tukwegairide,
omusaja ono atibwe; kubanga anafuya emikono
gyabasaja abalwanyi abasigade mu kibuga
muno nemikono gyabantu bona, ngabagamba ebi-
gambo ebifanana bwebityo: kubanga omusaja
ono tayagaliza mirembe bantu bano wabula obubi.
5 Awo Zedekiya kabaka nayogera nti Laba, ali mu

mukono gwamwe: kubanga kabaka siyainza
okukola ekigambo kyona okubaziiza. Awo neba- 6
twala Yeremiya nebamusula mu nyumba eye-
kinya eya Malikiya omwana wa kabaka eyali
mu lugya olwabambowa: nebamusa Yeremiya
nemigwa. So mu kinya nga temuli ma'zi
wabula ebitosi: Yeremiya natubira mu bitosi.
Awo Ebedamereka Omwesiyopya omulawe eyali 7
mu nyumba ya kabaka bweyawulira nga batade
Yeremiya mu kinya; kabaka ngatude mu muzigo
gwa Benyamini; awo Ebedamereka nava mu 8
nyumba ya kabaka nagamba kabaka nti Mukama 9
wange kabaka, abasaja bano bakoze bubi mu
byona byebakoze Yeremiya nabi gwebasude mu
kinya; era ayagala kufira mu kifo mwali olwe-
njala: kubanga tewakyali mere mu kibuga. Awo 10
kabaka nalyoka alagira Ebedamereka Omwesi-
yopya ngayogera nti Gya wano abasaja amakumi
asatu obatwale ogende nabo, omulinyise Yeremiya
nabi ngomugya mu kinya nga tanafa. Awo 11
Ebedamereka natwala abasaja abo nagenda nabo,
naingira mu nyumba ya kabaka wansi wegwanika,
nagyayo ebiwero ebikade ebyasulibwa nenzina
envundu nazisiza ku migwa mu kinya eri Yere-
miya. Awo Ebedamereka Omwesiyopya nagamba 12
Yeremiya nti Teka no ebiwero bino ebikade
ebyasulibwa nenzina envundu mu nkwawazo
wansi wemigwa. Awo Yeremiya nakola bwatyo.
Awo nebagya Yeremiya mu kinya nga bamuwalula 13
nemigwa egyo: awo Yeremiya nabera mu lugya
olwabambowa.

Awo Zedekiya kabaka natuma naleta Yeremiya 14
nabi gyali mu muzigo ogwokusatu oguli mu
nyumba ya Mukama: awo kabaka nagamba
Yeremiya nti Nakubuza ekigambo; tonkisa
kigambo kyona. Awo Yeremiya nagamba Zede- 15
kiya nti Bwenakukibulira, tolirema kunzita?

16 era bwenakuwerera amagezi, tompulirize. Awo
Zedekiya kabaka namulairira kyama Yere-
miya ngayogera nti Nga Mukama bwali omulamu
eyatukolera ememe eno, siriku'ta, so sirikuwayo
mu mukono gwabantu bano abanonya obu-
17 lamubwo. Awo Yeremiya nalyoka agamba
Zedekiya nti Bwati bwayogera Mukama, Katonda
owegye, Katonda wa Isiraeri, nti Bwonofuluma
nogenda eri abakungu ba kabaka Webabuloni,
awo ememeyo eriba namu nekibuga kino tekiryo-
kebwa muliro ; nawe oliba mulamu nenyumbayo :
18 naye bwotokirize kufuluma nogenda eri abakungu
ba kabaka Webabuloni, awo ekibuga kino
kiriwebwayo mu mukono Gwabakalidaya, era
balikyokya omuliro, so nawe toliwona mu mukono
19 gwabwe. Awo Zedekiya kabaka nagamba Yere-
miya nti Ntide Abayudaya abasenze Abakalidaya
baleme okumpayo mu mukono gwabwe, nebandu-
20 lira. Naye Yeremiya nayogera nti Tebalikuwayo.
Nkwegairide, gondera edobozi lya Mukama
mwekyo kyenkugamba : awo lwoliba obulungi,
21 nememeyo eriba namu. Naye bwonogana oku-
fuluma, kino kye kigambo Mukama kyandaze :
22 Laba, abakazi bona abasigade mu nyumba ya
kabaka wa Yuda balifulumizibwa eri abakungu
ba kabaka Webabuloni, era abakazi abo balyogera
nti Mikwanogyo enyo be bākuwana, nokusobola
bakusobode : ebigerebyo nga bimaze okutubira
23 mu bitosi, baze enyuma. Era balifulumya bakazibo
bona nabanabo eri Abakalidaya : so toliwona mu
mukono gwabwe, naye oliwambibwa nomukono
gwa kabaka Webabuloni : era olyokesa omuliro
24 ekibuga kino. Awo Zedekiya nalyoka agamba
Yeremiya nti Omuntu yena aleme okumanya
25 ebigambo ebyo, awo tolifa. Naye abakungu
bwebaliwulira nga njogede nawe nebaja nebaku-
gamba nti Tubulire no byewagamba kabaka ;

totukikisa, nafe tetuku'te ; era nebyo kabaka byeyakubulira ; awo nolyoka obagamba nti Naleta okwegairira kwange mu maso ga kabaka aleme okunzizayo mu nyumba ya Yonasani okufira omwo. Awo abakungu bona nebaja eri Yeremiya nebamubuza : nababulira ngebigambo ebyo byona bwebyali kabaka byeyali alagide. Awo nebalekayo okwogera naye ; kubanga ekigambo ekyo tekyategerebwa. Awo Yeremiya nabera mu lugya olwabambowa okutusa ku lunaku Yerusalemi lwekyamenyebwa.

39

Awo olwatuka Yerusalemi bwekyamenyebwa, [mu mwaka ogwomwenda ogwa Zedekiya kabaka wa Yuda mu mwezi ogwekumi Nebukadireza kabaka Webabuloni mweyajira negyerye lyona okutabala Yerusalemi nakizingiza ; mu mwaka ogwekumi nogumu ogwa Zedekiya mu mwezi ogwokuna ku lunaku olwomwezi olwomwenda mwebawagulira ekituli mu kibuga :] abakungu bona aba kabaka Webabuloni nebaingira nebatula mu muzigo ogwa wakati, Neragalisalezera, Samugalanebo, Salasekimu, Labusalisi, Neragalisalezera, Labumaga, wamu nabakungu bona abalala aba kabaka Webabuloni. Awo olwatuka Zedekiya kabaka wa Yuda nabasaja bona abalwanyi bwebabalaba, awo nebaduka nebava mu kibuga kiro mu kubo eryolusuku lwa kabaka, mu muzigo oguli wakati wa babugwe ababiri : nafuluma mu kubo erya Alaba. Naye egye Eryabakalidaya neribagoberera nebamutukako Zedekiya mu nsenyi Ezeyeriko : awo bwebamala okumuwamba, nebamuleta eri Nebukadireza kabaka Webabuloni Eribula munsi Eyekamasi, namusalira omusango. Awo kabaka Webabuloni natira batabani ba Zedekiya Eribula ye ngalaba : era kabaka Weba-

7 buloni na'ta nabakungu bona aba Yuda. Era namugyamu Zedekiya amaso, namusiba nama-
8 samba okumutwala Ebabuloni. Abakalidaya nebokya enyumba ya kabaka nenyumba ezabantu omuliro, nebamenyamenya bugwe Weyerusalemi.
9 Awo Nebuzaladani omukulu wabambowa natwala Ebabuloni nga basibe abantu abafisewo abali basigade mu kibuga, era nabasenze abamusenga,
10 nabantu abafisewo abali basigade. Naye Nebuzaladani omukulu wabambowa naleka ku bavu abomubantu abali tebalina kintu munsi ya Yuda, nabawa ensuku ezemizabibu nenimiro mu biro
11 ebyo. Awo Nebukadireza kabaka Webabuloni nalagira Nebuzaladani omukulu wabambowa
12 ebya Yeremiya ngayogera nti Mutwale omukume nyo, so tomukola kabi; naye omukolanga era
13 nga ye bwanakugambanga. Awo Nebuzaladani omukulu wabambowa natuma, ne Nebusazibani, Labusalisi, ne Neragalisalezera, Labumaga, nabami bona abakulu aba kabaka Webabuloni;
14 nebatuma nebagya Yeremiya mu lugya olwabambowa, nebamukwasa Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani amutwale eka: awo nabera mu bantu.
15 Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Yeremiya bweyali ngasibidwa mu lugya olwa-
16 bambowa, nga kyogera nti Genda ogambe Ebedamereka Omwesiyopya nti Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri nti Laba, ndireta ebigambo byange ku kibuga kino olwobubi so si lwa bulungi; era biritu-
17 kirizibwa mu masogo ku lunaku luli. Naye ndikuwonyeza ku lunaku luli, bwayogera Mukama: so toliwebwayo mu mukono gwabasaja
18 botya. Kubanga sirirema kukulokola, so toligwa nekitala, naye obulamubwo buliba munyago gyoli: kubanga wesize nze, bwayogera Mukama.

40

Ekigambo ekyamujira Yeremiya ekyava eri Mukama, Nebuzaladani omukulu wabambowa bweyamala okumutera mu Lama, bweyamutwala ngasibidwa mu masamba mu basibe bona Abeyerusalemi ne Yuda abatwalibwa Ebabuloni nga basibe. Omukulu wabambowa natwala Yeremiya namugamba nti Mukama Katondawo yayogera obubi buno ku kifo kino: nokuleta Mukama abulese, era akoze nga bweyayogera; kubanga mwayonona Mukama, so temugondede dobozirye, ekigambo kino kyekivude kibatukako. Kale no, laba, nkusumulula lero mu masamba agali ku mukonogwo. Obanga osima okuja nange okugenda Ebabuloni, jangu, nange nakukumanga bulungi; naye obanga okiita kibi okuja nange okugenda Ebabuloni, lekayo: laba, ensi yona eri mu masogo; gyosima okugenda era gyosinga okwagala, gyoba ogenda eyo. Awo bweyali nga tanadayo, (nayogera nti) Dayo no eri Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani kabaka Webabuloni gwawade okufuga ebibuga bya Yuda, obere ewuwe mu bantu: oba genda yona gyosima okugenda. Awo omukulu wabambowa namuwa ebyokulya nekirabo namuta. Awo Yeremiya nagenda eri Gedaliya mutabani wa Akikamu Emizipa, nabera ewuwe mu bantu abali basigade munsi.

Awo abami bona abebitongole abali mu byalo, bo nabasaja babwe, bwebawulira nga kabaka Webabuloni amuwade Gedaliya mutabani wa Akikamu okufuga ensi, era ngamukwasiza abasaja nabakazi nabana abato ne kwabo abasinga obwavu munsi, kwabo abatatwalibwa Ebabuloni nga basibe; awo nebaja eri Gedaliya Emizipa, Isimaeri mutabani wa Nesaniya ne Yokanani ne

1 2 3 4 5 6 7 8

Yonasani batabani ba Kalea ne Seraya mutabani wa Tanumesi ne batabani ba Efai Omunetofa, ne Yezaniya omwana Womumaakasi, bo nabasaja
9 babwe. Awo Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani nabalairira bo nabasaja babwe ngayogera nti Temutya kuwereza Abakalidaya: mubere munsi, muwereze kabaka Webabuloni, era
10 muliba bulungi. Nze, laba, ndibera Emizipa okuimiriranga mu maso Gabakalidaya abalija gyetuli: naye mwe mukunganye omwenge nebibala ebyomukyeya namafuta, nemubiteka mu bintu byamwe, mubere mu bibuga byamwe byemulide.
11 Era bwebatyo Nabayudaya bona abali mu Moabu ne mu bana ba Amoni ne mu Edomu nabo abali munsi zona bwebawulira nga kabaka Webabuloni afisizawo ku Yuda era ngakuziza kubo Gedaliya mutabani wa Akikamu mutabani wa
12 Safani; awo Abayudaya bona nebakomawo nga bava mu bifo byona gyebali bagobedwa nebaja munsi ya Yuda eri Gedaliya Emizipa, nebakunganya omwenge nebibala ebyomukyeya bingi nyo nyini.
13 Era nate Yokanani mutabani wa Kalea nabami bona abebitongole abali mu byalo nebaja eri
14 Gedaliya Emizipa nebamugamba nti Omanyi nga Baalisi kabaka wabana ba Amoni atumye Isimaeri mutabani wa Nesaniya okuku'ta? Naye Gedaliya
15 mutabani wa Akikamu natabakiriza. Awo Yokanani mutabani wa Kalea nayogera ne Gedaliya Emizipa kyama ngagamba nti Kangende, nkwegairide, nenzita Isimaeri mutabani wa Nesaniya, so tewaliba muntu alikimanya: yandikutide ki, Abayudaya bona abakunganye gyoli nokusasana nebasasana, nekitundu kya Yuda ekifisewo neki-
16 zikirira? Naye Gedaliya mutabani wa Akikamu nagamba Yokanani mutabani wa Kalea nti Tokola kigambo ekyo: kubanga omuwairiza Isimaeri.

41

Awo olwatuka mu mwezi ogwomusanvu Isi- 1
maeri mutabani wa Nesaniya, mutabani wa
Erisama, owokuzade lya kabaka, era (omu ku)
bami abakulu aba kabaka, nabasaja kumi wamu
naye, nebaja eri Gedaliya mutabani wa Akikamu
Emizipa: awo nebalira eyo emere wamu Emizipa.
Awo Isimaeri mutabani wa Nesaniya naimuka 2
nabasaja ekumi abali naye nebafumita Gedaliya
mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani
nekitala nebamuta, kabaka Webabuloni gweyali
awade okufuga ensi. Era Isimaeri nata Naba- 3
yudaya bona abāli naye, abāli ne Gedaliya
Emizipa, Nabakalidaya abalabika eyo, abasaja
abalwanyi. Awo olwatuka ku lunaku olwokubiri 4
ngamaze okuta Gedaliya, songa tewali muntu
akimanyi, abamu nebaja abava Esekemu ne Siro 5
ne Samaliya, abasaja kinana, nga bamweredwa
ebirevu byabwe nebyambalo byabwe nga babi-
yuziza, era nga besaze, nga balina ebitone
nomugavu mu mukono gwabwe okubireta mu
nyumba ya Mukama. Awo Isimaeri mutabani 6
wa Nesaniya nava mu Mizipa okubasisinkana,
ngagenda ngakaba amaziga: awo olwatuka
bweyasisinkana nabo, nabagamba nti Muje eri
Gedaliya mutabani wa Akikamu. Awo olwatuka 7
bwebatuka wakati mu kibuga, Isimaeri mutabani
wa Nesaniya nabata (nabasula) wakati mu kinya,
ye nabasaja abali naye. Naye nemulabika mubo 8
abasaja kumi abagamba Isimaeri nti Totuta:
kubanga tulina ebintu ebyaterekebwa ebyakisibwa
mu nimiro, engano ne sairi, namafuta, nomubisi
gwenjuki. Awo nalekayo natabata mu baganda
babwe. Era ekinya Isimaeri mweyasula emi- 9
rambo gyona egyabasaja beyata, okulirana
Gedaliya, [kye kiri Asa kabaka kyeyasima olwo-

kutya Baasa kabaka wa Isiraeri,] Isimaeri mutabani wa Nesaniya nakijuza abo abatibwa.
10 Awo Isimaeri natwala nga basibe abo bona abafikawo ku bantu abali mu Mizipa, abawala ba kabaka nabantu bona abali basigade mu Mizipa, Nebuzaladani omukulu wabambowa beyali ateresa Gedaliya mutabani wa Akikamu: Isimaeri mutabani wa Nesaniya nabatwala nga basibe, neyegendera okusomoka okugenda eri abana ba Amoni.
11 Naye Yokanani mutabani wa Kalea nabami bona abebitongole abali naye bwebawulira obubi bwona Isimaeri mutabani wa Nesaniya bweyali
12 akoze, awo nebatwala abasaja bona nebagenda okulwana ne Isimaeri mutabani wa Nesaniya nebamusanga awali ama'zi amangi agali mu
13 Gibeoni. Awo olwatuka abantu bona abali ne Isimaeri bwebalaba Yokanani mutabani wa Kalea nabami bona abebitongole abali naye,
14 nebasanyuka. Awo abantu bona Isimaeri beyali atute nga basibe okubagya Emizipa, nebakyuka nebadayo, nebagenda eri Yokanani mutabani wa
15 Kalea. Naye Isimaeri mutabani wa Nesaniya nawona Yokanani ngalina abasaja munana,
16 nagenda eri abana ba Amoni. Awo Yokanani mutabani wa Kalea nabami bona abebitongole abali naye nebatwala ekitundu kyona ekifisewo ku bantu beyali akomezawo okubagya ku Isimaeri mutabani wa Nesaniya, Emizipa, bweyamala okuta Gedaliya mutabani wa Akikamu, abasaja abalwanyi nabakazi nabana abato nabalawe beya-
17 komyawo okuva Egibeoni: awo nebegendera nebabera mu Gerusikimamu ekiriranye Besire-
18 kemu, okugenda okuingira mu Misiri, Olwabakalidaya: kubanga bali babatide, kubanga Isimaeri mutabani wa Nesaniya yata Gedaliya mutabani wa Akikamu kabaka Webabuloni gweyawa okufuga ensi.

42

Awo abami bona abebitongole ne Yokanani 1
mutabani wa Kalea ne Yezaniya mutabani wa
Kosaya nabantu bona okuva ku muto okutuka ku
mukulu, nebasembera nebagamba Yeremiya nabi 2
nti Tukwegairide, okusaba kwafe kukirizibwe
gyoli, otusabire eri Mukama Katondawo, ngosa-
bira ekitundu kino kyona ekifisewo ; kubanga
tusigade batono boka abābanga abangi ngamasogo
bwegatulaba : Mukama Katondawo atulage eku- 3
bo eritugwanira okutambuliramu nekigambo
ekitugwanira okukola. Awo Yeremiya nabi 4
nabagamba nti Mbawulide ; laba, nasaba Mukama
Katonda wamwe ngebigambo byamwe bwebiri ;
awo olulituka kyona Mukama kyalibadamu
ndikibabulira ; siribakisa kigambo kyona. Awo 5
nebagamba Yeremiya nti Mukama abe omujulirwa
owamazima omwesigwa mufe, bwetutalikola
ngekigambo kyona bwekiriba Mukama Kato-
ndawo kyalikutuma nakyo gyetuli. Obanga 6
kirungi obanga kibi, tuligondera edobozi lya
Mukama Katonda wafe gyetukutuma ; tulyoke
tube bulungi bwetugondera edobozi lya Mukama
Katonda wafe.

Awo olwatuka enaku kumi bwezaitawo, eki- 7
gambo kya Mukama nekimujira Yeremiya. Awo 8
naita Yokanani mutabani wa Kalea nabami bona
abebitongole abali naye, nabantu bona okuva ku
muto okutuka ku mukulu, nabagamba nti Bwati 9
bwayogera Mukama Katonda wa Isiraeri, gye-
mwantuma okwanjula okusaba kwamwe mu
masoge, nti Bwemulikiriza okubera munsi eno, 10
awo ndibazimba, so siribabya, era ndibasimba, so
siribasimbula : kubanga nejusiza obubi bwena-
bakola. Temutya kabaka Webabuloni gwemutya ; 11
temumutya, bwayogera Mukama : kubanga nze

ndi wamu namwe okubalokola nokubawonya mu
12 mukonogwe. Era ndibawa okusasirwa abasasire,
13 era abazeyo munsi yamwe. Naye bwemunagamba
nti Tetugenda kutula munsi eno ; nemutagondera
14 dobozi lya Mukama Katonda wamwe ; nga mwo-
gera nti Neda ; naye tuligenda munsi Yemisiri
gyetutalirabira ntalo, so tetuliwulira dobozi lya
kondere, so tetulirumwa njala olwemere ; neyo
15 gyetulitula : kale no muwulire ekigambo kya
Mukama, mwe abafisewo ku Yuda : bwati bwayo-
gera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri nti
Bwemulikakasa amaso gamwe dala okuingira mu
16 Misiri, nemugenda okubera omwo ; awo olulituka
ekitala kyemutya kiribakwatira eyo munsi Yemi-
siri, nenjala gyemutide eribacocera eyo mu
17 Misiri ; era eyo gyemulifira. Bwekityo bweki-
riba eri abasaja bona abakakasa amaso gabwe
okugenda Emisiri okubera eyo ; balifa nekitala
nenjala ne kawumpuli : so tewaliba kubo abali-
fikawo newakubade okuwona obubi bwendibale-
18 tako. Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye,
Katonda wa Isiraeri, nti Obusungu bwange neki-
ruwi kyange nga bwebyafukibwa kwabo abali mu
Yerusalemi, ekiruwi kyange bwekirifukibwa
kumwe bwekityo bwemuliingira mu Misiri : era
muliba kikolimo nekyewunyo nokukolima neki-
19 vume ; so temuliraba nate kifo kino. Mukama
ayogede kumwe, ai ekitundu ekifisewo ku Yuda,
nti Temugenda mu Misiri : mutegerere dala nga
20 lero nze mbade mujulirwa gyemuli. Kubanga
mukoze ememe zamwe mwe ebyobukusa ; kubanga
mwantuma eri Mukama Katonda wamwe nga
mwogera nti Tusabire eri Mukama Katonda wafe ;
era nga byona bwebiriba Mukama Katonda wafe
21 byalyogera, tubulire bwotyo, nafe tulibikola : era
lero mbabibulide ; naye temugondede dobozi lya
Mukama Katonda wamwe mu kyona kyantumide

gyemuli. Kale no mutegerere dala nga mulifa 22
nekitala nenjala ne kawumpuli, mu kifo gyemwagala okugenda okubera eyo.

43

Awo olwatuka Yeremiya bweyamalira dala 1
okwogera nabantu bona ebigambo byona eby'a
Mukama Katonda wabwe, Mukama Katonda
wabwe byeyali amutumye nabyo gyebali, bye
bigambo ebyo byona, awo Azaliya mutabani wa 2
Kosaya ne Yokanani mutabani wa Kalea nabasaja
bona abamalala nebogera nga bagamba Yeremiya
nti Olimba: Mukama Katonda wafe takutumye
okwogera nti Temuingiranga mu Misiri okubera
omwo: naye Baluka mutabani wa Neriya yaku- 3
tuwerede okutugabula mu mukono Gwabakali-
daya balyoke batute nebatutwala Ebabuloni nga
basibe. Awo Yokanani mutabani wa Kalea 4
nabami bona abebitongole nabantu bona nebata-
gondera dobozi lya Mukama okubera munsi ya
Yuda. Naye Yokanani mutabani wa Kalea na- 5
bami bona abebitongole nebatwala ekitundu kyona
ekya Yuda abafikawo abali bakomyewo okuva mu
mawanga gona gyegali gagobedwa okubera munsi
ya Yuda; abasaja nabakazi nabana abato naba- 6
wala ba kabaka na buli muntu Nebuzaladani
omukulu wabambowa gweyalekera Gedaliya
mutabani wa Akikamu mutabani wa Safani
ne Yeremiya nabi ne Baluka mutabani wa
Neriya; nebaingira munsi Yemisiri; kuba- 7
nga tebagondera dobozi lya Mukama: neba-
tuka ne Tapanesi. Awo ekigambo kya Mukama 8
nekimujira Yeremiya Etapanesi nga kyogera nti
Dira amainja amanene mu mukonogwo ogakweke 9
mu taka eryomumatofali agali awaingirirwa
mu nyumba ya Falao Etapanesi, abasaja ba
Yuda nga balaba; obagambe nti Bwati bwayo- 10

gera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Laba, nditumа nenzirira Nebukadireza kabaka Webabuloni omudu wange, nenteka entebeye ku mainja gano genkwese ; era alitimba ewemaye
11 eya kabaka kugo. Era alija nakuba ensi Yemisiri ; aboku'tibwa (baliwebwayo) eri oku'tibwa, nabobusibe eri obusibe, nabekitala eri ekitala.
12 Era ndikuma omuliro mu nyumba za bakatonda Bemisiri ; era alibokya nabatwala nga basibe : era alyambala ensi Yemisiri ngomusumba bwava-
13 mbala ekyambalokye ; era alivayo mirembe. Era alimenya empagi Ezebesisemesi ekiri munsi Yemisiri ; nenyumba za bakatonda Bemisiri alizokya omuliro.

44

1 Ekigambo ekyajira Yeremiya ku Bayudaya bona ababera munsi Yemisiri, ababera Emigadoli ne Tapanesi ne Nofu ne munsi Eyepasirosi, nga
2 kyogera nti Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Mulabye obubi bwona bwenaleta ku Yerusalemi ne ku bibuga byona ebya Yuda ; era, laba, lero matongo, so tewali
3 muntu abera omwo ; olwobubi bwabwe bwebakoze okunsunguwaza, kubanga bagenda okwoteza obubane nokuwereza bakatonda abalala bebatamanyanga bo newakubade mwe newakubade
4 bajaja bamwe. Era naye nabatumira abadu bange bona banabi, nga ngolokoka mu makya nembatuma, nga njogera nti Abafe ! temukola kigambo
5 kino ekyomuzizo kyenkyawa. Naye nebatawuliriza so tebatega kutu okukyuka okuleka obubi bwabwe, obutayoterezanga bakatonda abalala
6 obubane. Ekiruwi kyange nobusungu bwange kyebwava bufukibwa nebwaka mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo Ezeyerusalemi ; era bizise
7 birekedwawo, nga bwekiri lero. Kale no Mu-

kama, Katonda owegye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bwati nti Kiki ekibakoza ekibi ekyenkana awo okwonona ememe zamwe mwe, okwemalirawo omusaja nomukazi, omwana nayonka, wakati mu Yuda, obutabalekera abasigalawo; kubanga munsunguwaza nemirimu egye- 8
mikono gyamwe, nga mwotereza bakatonda abalala obubane munsi Yemisiri gyemwagenda okubera; mulyoke mumalibwewo, era mubere ekikolimo nekivume mu mawanga gona agomunsi? Mwerabide obubi bwa bajaja bamwe 9
nobubi bwa bakabaka ba Yuda nobubi bwabakazi babwe nobubi bwamwe mwe nobubi bwabakazi bamwe bwebakolera munsi ya Yuda ne mu ngudo Ezeyerusalemi? Tebanaba kumalwamu 10
amalala ne lero, so tebanatya, so tebatambulide mu mateka gange newakubade mu biragiro byange byenateka mu maso gamwe ne mu maso ga bajaja bamwe. Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, 11
kyava ayogera bwati nti Laba, ndikakasa amaso gange okubolekera olwobubi, okuzikiriza Yuda yena. Era ndidira ekitundu kya Yuda ekifisewo 12
abakakasiza amaso gabwe okuingira munsi Yemisiri okutula omwo, era bona balimalibwawo; munsi Yemisiri mwebaligwira; balimalibwawo nekitala nenjala; balifa, okuva ku muto okutuka ku mukulu, nekitala nenjala: era baliba kikolimo nekyewunyo nokukolima nekivume. Ku- 13
banga ndibonereza abo abatula munsi Yemisiri nga bwenabonereza Yerusalemi, nekitala nenjala ne kawumpuli: ne ku kitundu kya Yuda ekifisewo 14
abambuse okugenda munsi Yemisiri okubera omwo nekutabako aliwona newakubade alisigala, balyoke bakomewo munsi ya Yuda gyebagade okuda okubera eyo: kubanga tewaliba abalikomawo wabula abo abaliwona obuwonyi.

Awo abasaja bona abamanya ngabakazi babwe 15

botereza bakatonda abalala obubane nabakazi bona abali baimiride awo, ekibina ekinene, abantu bona abali batula munsi Yemisiri Epasirosi, nebamudamu Yeremiya nga bogera nti
16 Ekigambo kyotubuliride mu linya lya Mukama
17 tetukuwulire. Naye tetulirema kutukiriza buli kigambo ekyakava mu kamwa kafe, okwotereza kabaka wegulu omukazi obubane nokumufukira ebiwebwayo ebyokunywa nga bwetwakolanga, fe ne bajaja bafe, bakabaka bafe nabakungu bafe, mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo Ezeyerusalemi : kubanga lwetwabanga nebyokulya bingi,
18 netuba bulungi netutalaba bubi. Naye kasokede tulekayo okwotereza kabaka wegulu omukazi obubane nokumufukira ebiwebwayo ebyokunywa, nga tubulwa byona, netumalibwawo nekitala
19 nenjala. Era bwetwayoterezanga kabaka wegulu omukazi obubane netumufukira ebiwebwayo ebyokunywa, twamufumbira emigati okumusinza netumufukira ebiwebwayo ebyokunywa awatali
20 babafe? Awo Yeremiya nagamba abantu bona, abasaja nabakazi, abantu bona abali bamuzemu
21 bwebatyo, ngayogera nti Obubane bwemwayotereza mu bibuga bya Yuda ne mu ngudo Ezeyerusalemi, mwe ne bajaja bamwe, bakabaka bamwe nabakungu bamwe, nabantu abomunsi, Mukama
22 teyabajukira, so tekyaja mu mwoyogwe? nokuinza Mukama natainza kuzibikiriza nate olwobubi obwebikolwa byamwe nolwemizizo gyemwakola ; ensi yamwe kyevude efuka amatongo nekyewunyo nekikolimo, nga tewali agitulamu,
23 nga bwekiri lero. Kubanga mwayoteza obubane, era kubanga mwayonona Mukama, so temugondede dobozi lya Mukama so temutambulide mu matekage newakubade mu biragirobye newakubade mwebyo byeyategeza ; obubi buno kyebuvude bubatukako, nga bwekiri lero.

Era nate Yeremiya nagamba abantu bona 24
nabakazi bona nti Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe mwena aba Yuda abali munsi Yemisiri: bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda 25
wa Isiraeri, nti Mwe ne bakazi bamwe mwogede nobumwa bwamwe era mukitukiri'za nemikono gyamwe, nga mwogera nti Tetulirema kutukiriza bweyamo bwafe bwetweyama okwoterezanga kabaka wegulu omukazi obubane nokumufukiranga ebiwebwayo ebyokunywa: kale munyuweze obweyamo bwamwe era mutukirize obweyamo bwamwe. Kale muwulire ekigambo kya Mukama, mwe 26
mwena aba Yuda ababera munsi Yemisiri: Laba, ndaide erinya lyange ekulu, bwayogera Mukama, ngerinya lyange teririitibwa nate mu kamwa komuntu yena owa Yuda munsi yona Eyemisiri, ngayogera nti Nga Mukama Katonda bwali omulamu. Laba, mbalabirira olwobubi so si lwa 27
bulungi: nabasaja bona aba Yuda abali munsi Yemisiri balimalibwawo nekitala nenjala, okutusa lwebaligwawo. Nabo abaliwona ekitala baliko- 28
mawo okuva munsi Yemisiri nebaja munsi ya Yuda, omuwendo gwabwe nga mutono; nekitundu kyona ekya Yuda abagenze munsi Yemisiri okubera omwo balimanya oyo bwali ekigambokye kye kiriimirira, ekyange oba ekyabwe. Era kano ke 29
kanaba akabonero gyemuli, bwayogera Mukama, nga ndibabonereza mu kifo kino, mulyoke munanye ngebigambo byange tebiririema kuimirira gyemuli olwobubi: bwati bwayogera Mukama 30
nti Laba, ndiwayo Falao Kofera kabaka Wemisiri mu mukono gwabalabebe ne mu mukono gwabo abanonya obulamubwe; nga bwenawayo Zedekiya kabaka wa Yuda mu mukono gwa Nebukadireza kabaka Webabuloni omulabewe era eyanonya obulamubwe.

45

1 Ekigambo Yeremiya nabi kyeyagamba Baluka mutabani wa Neriya bweyawandika ebigambo bino mu kitabo ngagya mu kamwa ka Yeremiya mu mwaka ogwokuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda ngayogera nti
2 Bwati bwayogera Mukama, Katonda wa Isiraeri,
3 eri gwe, ai Baluka, nti Wayogera nti Zinsanze kakano! kubanga Mukama ayongede obuinike ku kulumwa kwange; okusinda kwange kunko-
4 ye'za, so siraba kuwumula kwona. Bwoti bwoba omugamba nti Bwati bwayogera Mukama nti Laba, ekyo kyenazimba ndikyabya, nekyo kyenasimba ndikisimbula; era (ndikola) bwentyo munsi
5 yona. Era wenonyeza ebikulu? tobinonya: kubanga, laba, ndireta obubi ku bona abalina omubiri, bwayogera Mukama: naye obulamubwo ndibukuwa okuba omunyago mu bifo byona gyonogendanga.

46

1 Ekigambo kya Mukama ekyamujira Yeremiya nabi ku mawanga.
2 Ku Misiri: ebyegye lya Falaoneko kabaka Wemisiri eryali ku lubalama lwomuga Firati Ekalakemisi, Nebukadireza kabaka Webabuloni lyeyakuba mu mwaka ogwokuna ogwa Yekoyakimu mutabani wa Yosiya kabaka wa Yuda.
3 Muteketeke akagabo nengabo, musembere
4 okulwana. Muteke amatandiko ku mbalasi, mulinye, mwe abebagala embalasi, muimirire mu maso nga mulina enkufira zamwe ezebyuma; muzigule amafumu, mwambale ebizibawo ebye-
5 byuma. Nkirabide ki? bakengenteredwa, ba'ze nyuma; nabasaja babwe abamanyi basulidwa wansi, era baduse mbiro, so tebatunula nyuma:

entisa eri ku njuwi zona, bwayogera Mukama.
Abembiro baleme okuduka so nomusaja owamanyi aleme okuwona; ebukika obwa kono ku lubalama lwomuga Firati besitade bagude. Ani ono agolokose nga Kiira, ama'zige gesukunda ngemiga? Misiri yagolokoka nga Kiira, nama'zige ge gesukunda ngemiga: nayogera nti Nagolokoka, nabika kunsi zona; ndizikiriza ekibuga nabo abakitulamu. Mwambuke, mwe embalasi; mulaluke, mwe amagali; nabasaja abamanyi lafulume: Kusi ne Puti abakwata engabo; Nabaluda abakwata abananula omutego. Kubanga olunaku olwo (lunaku) lwa Mukama, Mukama wegye, olunaku olwokuwalanirako egwanga awalane egwanga ku balabebe: nekitala kirirya nekikuta, era kirinywa ku musai gwabwe nekikuta: kubanga Mukama, Mukama wegye, alina sadaka gyasalira munsi eyebukika obwa kono ku lubalama lwomuga Firati. Yambuka Egireada, odire edagala, gwe omuwala wa Misiri atamanyi musaja: onywera bwerere edagala eryengeri nyingi; tewali kuwona eri gwe. Amawanga gawulide okuwemukakwo, nensi ejude okukabakwo: kubanga omusaja owamanyi yesitade ku wamanyi, bagwiride wamu bombi.

Ekigambo Mukama kyeyagamba Yeremiya nabi Nebukadireza kabaka Webabuloni bwagenda okuja nakuba ensi Yemisiri.

Mubulire mu Misiri, mulangire mu Migadoli, era mulangire mu Nofu ne Tapanesi: mwogere nti Fuluma oimirire, weteketeke; kubanga ekitala kiride okukwetolola enjuwi zona. Ababo abamanyi kiki ekibatwaza lwa manyi? tebāimirira, kubanga Mukama ye yabagoba. Yabesitaza bangi, wewawo, bāgwanganako: nebogera nti Golokoka tudeyo eri abantu abewafe ne munsi gyetwazalirwamu okuva eri ekitala ekijoga. Bayogerera

6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17

eyo nti Falao kabaka Wemisiri luyogano buyo-
18 gano ; asobe'za entuko ezalagirwa. Nga bwendi omulamu, bwayogera Kabaka, erinyalye Mukama wegye, mazima nga Tabola mu nsozi era nga Kalameri ku lubalama lwenyanja, bwalija bwatyo.
19 Ai omuwala abera mu Misiri, wesibirire okugenda mu busibe : kubanga Nofu kirifuka matongo, era kiryokebwa obutabamu aberamu.
20 Misiri nte ndusi nungi nyo ; (naye) okuzikirira okuvude mu bukika obwa kono butuse, butuse.
21 Nabasajabe bāgulirira abali wakatiwe, bali ngenyana ezomukisibo ; kubanga nabo ba'ze enyuma, badukide wamu, tebāimirira : kubanga olunaku olwokulabiramu obuinike bwabwe lubatuseko,
22 ebiro ebyokujirwa kwabwe. Edobozi lyakwo liritambula ngomusota ; kubanga balitambula nga balina egye, nebamutabala nga balina embazi,
23 ngabatema emiti. Balitema ekibirakye, bwayogera Mukama, newakubade nga tekinonyezeka ; kubanga basinga enzige obungi, so tebabalika.
24 Omuwala wa Misiri alikwatibwa ensonyi ; aliwebwayo mu mukono gwabantu abobukika obwa
25 kono. Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, ayogera nti Laba, ndibonereza Amoni Oweno, ne Falao, ne Misiri ne bakatondabe ne bakabakabe ;
26 Falao nabo abamwesiga : era ndibagabula mu mukono gwabo abanonya obulamu bwabwe, ne mu mukono gwa Nebukadireza kabaka Webabuloni, ne mu mukono gwabadube : awo oluvanyuma eritulwamu nga mu naku ezeda, bwayo-
27 gera Mukama. Naye totya gwe, Yakobo omudu wange, so tokengentererwa, gwe Isiraeri : kubanga, laba, ndikulokola nga nyima wala, nezaderyo nga nyima munsi eyobusibe bwabwe ; awo Yakobo alikomawo, era aliterera era alye'sa, so tewaliba
28 alimutisa. Totya gwe, ai Yakobo omudu wange, bwayogera Mukama ; kubanga nze ndi wamu

nawe: kubanga ndimalira dala amawanga gona gyenakugobera, naye gwe sirikumalira dala; naye ndikukangavula mpola, so sirikuleka nakatono nga tobonerezebwa.

47

EKIGAMBO kya Mukama ekyamujira Yeremiya nabi Ekyabafirisiti, Falao nga tanakuba Gaza. 1

Bwati bwayogera Mukama nti Laba, ama'zi gatumbira agava ebukika obwa kono, era galifuka muga ogwanjala, era galyanjala kunsi ne byona ebigirimu, ekibuga nabo abakitulamu: nabantu balikaba, nabo bona ababera munsi baliwowogana. 2

Olwemisinde gyokusamba kwebinulo (byensoloze) ezamanyi, olwokuwulukuka kwamagalige, olwokuvuma okwa banamuzigabe, bakitabwe kyebava balema okutunula enyuma eri abana babwe, emikono gyabwe olwokuba eminafu; olwolunaku oluja okunyaga Abafirisiti, okumalawo ku Tulo ne Sidoni buli mubezi asigadewo: kubanga Mukama alinyaga Abafirisiti, ekitundu ekifisewo ekyekizinga Kafutola. 3

Gaza aliko ekiwalata; Asikeroni agadizibwa, ekitundu ekifisewo ku kiwonvu kyabwe: olitusa wa okwesala? 4

Ai gwe ekitala kya Mukama, olitusa wa obutaterera? weteke mu kiratokyo; wumula osirike. 5

Oinza otya okuterera, kubanga Mukama aliko kyakukutide? akiragide okulwana ne Asikeroni netale lyenyanja. 6 7

48

EBYA Moabu. Bwati bwayogera Mukama wegye, Katonda wa Isiraeri, nti Zisanze Nebo! kubanga bakizisiza; Kiriasiaimu kikwasibwa ensonyi, kimenyedwa: Misigabu kikwasibwa ensonyi, kisulidwa. 1

Etendo lya Moabu terikyaliwo; bakitesere'za obubi mu Keseboni, nti 2

Muje tukimalewo obutaba gwanga. Era nawe,
ai Madameni, olisirisibwa; ekitala kirikucoca.
3 Edobozi eryokulekana eriva Ekolonaimu, oku-
4 nyaga nokuzikiriza okunene! Moabu azikiride;
5 abana bamu abato bawulizi'za okukaba. Ku-
banga balyambukira awalinyirirwa Erukisi nga
bakaba amaziga agatata; awaserengeterwa Ekolo-
naimu bawulide obuinike obwokukaba olwoku-
6 zikirira. Muduke muwonye obulamu bwamwe,
7 mufanane omwolola oguli mu lukola. Kubanga
olwokwesiga emirimugyo nebyobugagabwo, era
nawe olikwatibwa: ne Kemosi alivayo aligenda
mu busibe, bakabonabe nabakungube wamu.
8 Nomunyazi alituka ku buli kibuga, so tewaliba
kibuga ekiriwona; era nekiwonvu kiribula, nolu-
senyi lulizikirizibwa; nga Mukama bweyayogera.
9 Mumuwe Moabu ebiwawatiro alyoke abuke yege-
ndere: nebibugabye birifuka matongo nga tewali
10 wa kutulamu. Akolimidwa oyo akola omulimu
gwa Mukama ngatenguwa, era akolimidwa oyo
11 aziiza ekitalakye mu musai. Moabu ye'si'za
okuva mu butobwe, era yesenge'ze ebondalye,
ta'tululirwanga mu bita so tagendanga mu busibe:
ensaye kyeva ebera muye, nakawowoke tekajulu-
12 kukanga. Kale, laba, enaku zija, bwayogera
Mukama, Iwendimutumira abo aba'tulula, awo
balimu'tulula; era balimalamu ebintubye, neba-
13 menyamenya ensuwa zabwe. Awo Moabu ali-
kwatirwa Kemosi ensonyi, ngenyumba ya Isiraeri
bwebakwatirwa ensonyi Beseri, obwesige
14 bwabwe. Mwogera mutya nti Tuli basaja ba
15 manyi era basaja bazira okulwana? Moabu ba-
muzisi'za, era batabade ebibuga byayo, nabalenzi
bayo abalonde baserengese oku'tibwa, bwayogera
16 Kabaka, erinyalye Mukama wegye. Obuinike
bwa Moabu bunatera okutuka, nenakuze zanguwa
17 mangu. Mwe mwena abamwetolode mumuku-

ngubagire, namwe mwena abamanyi erinyalye;
mwogere nti Omugo ogwamanyi nga gumenyese,
oluga olulungi! Ai gwe omuwala, atula mu 18
Diboni, serengeta ove ku kitibwakyo, otule ngo-
lumidwa enyonta; kubanga omunyazi wa Moabu
akutabade, azikiri'za ebigobyo. Ai gwatula mu 19
Aloera, imirira ku bali lyekubo okete: buza
omusaja aduka, nomukazi awona; oyogere nti
Ebifayo? Moabu akwasibwa ensonyi; kubanga 20
kimenyesemenyese: wowogana okabe; mukibu-
lire mu Alinoni nga Moabu bakizisi'za. Nomu- 21
sango gutuse kunsi eyensenyi; ku Koloni ne ku
Yaza ne ku Mefaasi; ne ku Diboni ne ku Nebo 22
ne ku Besidibulasaimu; ne ku Kiriasiaimu ne 23
ku Besigamuli ne ku Besimeoni; ne ku Keriosi 24
ne ku Bozera ne ku bibuga byona ebyomunsi ya
Moabu ebiri ewala nebiri okumpi. Ejembe lya 25
Moabu lisalidwako, nomukonogwe gumenyese,
bwayogera Mukama. Mumutamize; kubanga 26
yegulumizanga eri Mukama: ne Moabu alyeku-
lukunya mu bisesemyebye, era naye alisekererwa.
Kubanga Isiraeri teyali wa kusekererwa gyoli? 27
yalabika mu ba'bi? kubanga buli lwomwoge-
rako onyenya omutwegwo. Ai mwe abatula mu 28
Moabu, muleke ebibuga mutule mu mainja;
mufanane kamukukulu akakola ekisu kyako mu
mbirizi zakamwa kekinya. Tuwulide ebyama- 29
lala ga Moabu (nga) wa malala mangi nyo; okwe-
gulumizakwe namalalage nekitigikye nesukuti
eryomutimagwe. Manyi obusungubwe, bwayo- 30
gera Mukama, nga si kintu; okwenyumirizakwe
tekuliko kyekukoze. Kyenava mpowoganira 31
Moabu; wewawo, nalekanira Moabu yena:
abasaja Abekirakeresi bebalinakuwalira. Naku- 32
kabira gwe amaziga, ai omuzabibu Ogwesibuma,
nga nkira okukaba kwa Yazera: amatabigo
gaita ku nyanja, gātuka ne ku nyanja ya Yazera:

omunyazi agude ku bibalabyo ebyomukyeya ne
33 ku bikungulwabyo. Nesanyu nokujaguza bigyi-
dwa ku nimiro engimu ne kunsi ya Moabu ; era
mazemu omwenge mu masogolero : tewaliba
alisamba ngalekana ; okulekana kuliba nga si
34 kulekana. Okuva ku kulekana kwa Keseboni
okutuka ku Ereale, nokutuka ku Yakazi, balese
edobozi lyabwe, okuva ku Zoala okutuka ku
Kolonaimu, okutuka ku Egalasiserisiya : kubanga
35 ama'zi Agenimulimu nago galirekebwawo. Era
nate ndikomya mu Moabu, bwayogera Mukama,
oyo awerayo ku kifo ekigulumivu noyo ayotereza
36 bakatondabe obubane. Omutima gwange kye-
guva guvugira Moabu ngemirere, nomutima
gwange guvugira ngemirere abasaja Abekirake-
resi : ebintu ebingi byeyafuna kyebivude bizi-
37 kirira. Kubanga buli mutwe guliko ekiwalata,
na buli kirevu kisalidwa : ku mikono gyona
kuliko ebisale, ne ku biwato kuliko ebibukutu.
38 Ku nyumba zona eza Moabu wagulu ne mu
ngudo zayo wona wona waliwo okukungubaga :
kubanga menye Moabu ngekibya ekitasanyusa,
39 bwayogera Mukama. Nga kisulidwa ! (nga)
bawowogana ! Moabu ngakyusi'za enkona nenso-
nyi ! awo Moabu alifuka wa kusekererwa era wa
kukengenterera eri abo bona abamwetolode.
40 Kubanga bwati bwayogera Mukama nti Laba,
alibuka ngempungu, era alyanjuluza ebiwawati-
41 robye eri Moabu. Keriosi kimenyedwa, nebigo
babisonokere'za, nomutima gwabasaja abamanyi
aba Moabu ku lunaku luli guliba ngomutima
42 gwomukazi bwalumwa okuzala. Era Moabu
alizikirizibwa obutaba gwanga, kubanga yegulu-
43 miziza eri Mukama. Entisa nekinya nekya-
mbika biri kugwe, ai gwatula mu Moabu, bwayo-
44 gera Mukama. Aduka entisa aligwa mu kinya ;
noyo ava mu kinya alikwatibwa mu kyambika :

kubanga ndireta kuye, ku Moabu, omwaka ogwokujirwa kwabwe, bwayogera Mukama. Abaduka baimirira nga tebalina manyi wansi wekisikirize kya Keseboni: kubanga omuliro guvude mu Keseboni, nenimi zomuliro zivude wakati mu Sikoni, era gugwokeza ensonda ya Moabu, nobwezinge bwabo abayogana. Zikusanze gwe, Moabu! abantu ba Kemosi babuze: kubanga batabanibo batwalibwa nga basibe ne bawalabo batwalibwa mu busibe. Naye ndikomyawo obusibe bwa Moabu mu naku ezoluvanyuma, bwayogera Mukama. Omusango gwa Moabu wegukoma wano.

45 46 47

49

Ebyabana ba Amoni. Bwati bwayogera Mukama nti Isiraeri talina bana ba bulenzi? talina musika? kale Malikamu kiki ekimulisiza Gada, nabantube batula mu bibuga byayo? Kale, laba, enaku zija, bwayogera Mukama, lwendiwuliza engoma nga baziraiza Laba ekyabana ba Amoni; era kirifuka kifunvu ekyalekebwawo, ne bawala bamu balyokebwa omuliro: awo Isiraeri lwalirya abo abamulyanga, bwayogera Mukama. Wowogana, gwe Keseboni, kubanga Ai kinyagidwa; mukabe, mwe abawala ba Laba, mwesibe ebibukutu, mukungubage, muduke eruwi neruwi mu bisakate; kubanga Malikamu aligenda mu busibe, bakabonabe nabakungube wamu. Lwaki gwe okwenyumiririza ebiwonvu, ekiwonvukyo ekikulukuta, ai omuwala ada enyuma? eyesiganga ebyobugagabwe (ngayogera nti) Ani alija gyendi? Laba, ndikuletako entisa, bwayogera Mukama, Mukama wegye, okuva eri abo bona abakwetolode; era muligobebwamu buli muntu okuviramu dala, so tewaliba wa kulungamya oyo awaba. Naye oluvanyuma ndikomyawo obusibe bwabana ba Amoni, bwayogera Mukama.

1 2 3 4 5 6

7 Ebya Edomu. Bwati bwayogera Mukama
wegye nti Amagezi tegakyali mu Temani? oku-
tesa kubuze abakabakaba? amagezi gabwe gage-
8 nderede? Muduke, mukyuke okuda enyuma,
mwekise wansi, mwe abatula mu Dedani;
kubanga ndimuletako obuinike bwa Esau, ebiro
9 lwendimujira. Abanozi bezabibu singa baze
gyoli, tebandirese zabibu ezimu ezokwerebwa?
ababi (singa baze) kiro, tebandizikiriza okutusa
10 lwebandikuse? Naye nze 'mwambude Esau,
mbikude ku bifobye ebyekyama, so taliinza
kwekweka: ezaderye linyagidwa ne bagandabe
11 ne baliranwabe, so ye taliwo. Leka abanabo
abatalina kitabwe, nze ndibakuma okuba aba-
12 lamu; ne banamwandubo banesige nze. Kubanga
bwati bwayogera Mukama nti Laba, abo abali
tebagwanide kunywa ku ndeku tebalirema
kunywa; nawe gwe wuyo aliwonera dala obuta-
bonerezebwa? toliwona obutabonerezebwa, naye
13 tolirema kunywa. Kubanga neraide nzeka,
bwayogera Mukama, nga Bozera kirifuka kye-
wunyo nekivume namatongo nekikolimo; nebi-
buga byayo byona biriba matongo agataligwawo.
14 Mpulide ebigambo ebivude eri Mukama, nomu-
baka atumidwa mu mawanga, (ngayogera nti)
Mwekunganye mukitabale, mugolokoke mulwane.
15 Kubanga, laba, nkufude mutono mu mawanga,
16 era anyomebwa mu bantu. Ebyokutisakwo,
amalala agomumutimagwo gakulimbye, ai gwa-
tula mu njatika ezomulwazi, eyekwata entiko
yolusozi: newonozimba ekisukyo awagulumivu
okwenkana nempungu, era ndikukakanya nga
17 nkugyayo, bwayogera Mukama. Awo Edomu
alifuka kyewunyo: buli aliitawo alyewunya,
18 era alisoza ebibonobono byona ebyayo. Nga
Sodoma ne Gomola bwebyasulibwa nebibuga
ebyaliranawo, bwayogera Mukama, tewali muntu

alibera eyo, so tewaliba mwana wa muntu alitula
omwo. Laba, alyambuka ngempologoma eva mu 19
malala ga Yolidani okutabala ekifo ekyokuberamu ekyamanyi: naye ndimukidusa mangwago; era buli alirondebwa oyo gwendikuza kukyo: kubanga ani afanana nze? era ani anantekerawo ekisera? era omusumba aliwa anaimirira mu maso gange? Kale muwulire okutesa kwa Mu- 20
kama kwateseza eri Edomu; nebyo byamaliride eri abo abatula mu Temani: mazima balibakulula, era nabana abato abomukisibo: mazima alizisa ekifo kyebaberamu wamu nabo. Ensi 21
ekankana olwedobozi eryokugwa kwabwe; waliwo okulekana, edobozi lyakwo neriwulirwa mu Nyanja Emyufu. Laba, alirinya nabuka nge- 22
mpungu nayanjuluza ebiwawatirobye okulwanyisa Bozera: nomutima gwabasaja abamanyi aba Edomu ku lunaku luli guliba ngomutima gwomukazi alumwa okuzala.

Ebyedamasiko. Kamasi akwatidwa ensonyi 23
ne Alapada; kubanga bawulide ebigambo ebibi, basanuse: ku nyanja kuliko obuinike; teinza kuteka. Damasiko ayongobede, akyuka okuduka, 24
nokukankana kumukute: obubalagaze nobuinike bimunyuwezeza ngomukazi alumwa okuzala. Eki- 25
buga ekyokutendereza kiki ekirobede okukirekayo, ekibuga ekyesanyu lyange? Abalenzi 26
bakyo kyebaliva bagwira mu ngudo zakyo, nabasaja bona abalwanyi balisirisibwa ku lunaku olwo, bwayogera Mukama wegye. Era ndikuma 27
omuliro mu bugwe Wedamasiko, era gulyokya amayumba ga Benikadada.

Ebya Kedala nebyobwakabaka bwa Kazola 28
Nebukadireza kabaka Webabuloni bweyakuba.

Bwati bwayogera Mukama nti Mugolokoke mwambuke Ekedala, munyage abana abobuvanjuba. Ewema zabwe nembuzi zabwe balizi- 29

twala ; balyetwalira bo be nyini amagigi gabwe nebintu byabwe byona nengamira zabwe : era balibalangira nti Entisa (eri) ku njuwi zona.
30 Muduke mutambuletambule wala mwekweke wansi, mwe ababera Ekazola, bwayogera Mukama ; kubanga Nebukadireza kabaka Webabuloni abatesezako ebigambo, era abasalide ama-
31 gezi. Mugolokoke mwambuke eri egwanga eryegolola, eriberera awo nga lisita, bwayogera Mukama ; abatalina nzigi newakubade ebisiba,
32 abatula boka. Nengamira zabwe ziriba munyago, nolufulube lwensolo zabwe luliba lwa kugereka : era ndisasanyiza awali empewo zona abo abamwa oluge ; era ndireta obuinike bwabwe okubafuluma enjuwi zona, bwayogera Mukama.
33 Era Kazola kiriba kifo kya bibe ekyokuberamu, matongo agoluberera : tewaliba muntu alibera eyo, so tewaliba mwana wa muntu alitula omwo.
34 Ekigambo kya Mukama ekyamujira Yeremiya nabi ekya Eramu, Zedekiya kabaka wa Yuda nga
35 kyaje alye, nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama wegye nti Laba, ndimenya omutego gwa
36 Eramu, bwe bwesige obwamanyi gabwe. Era ndireta ku Eramu empewo enya okuva mu njuwi zona ezegulu, era ndibasasanyiza eri empewo ezo zona ; so tewaliba gwanga abagobebwa aba Eramu
37 gyebatalituka. Era nditisa Eramu mu maso gabalabe babwe ne mu maso gabo abanonya obulamu bwabwe : era ndibaletako obubi, ekiruwi kyange, bwayogera Mukama ; era ndisindika ekitala okubagoberera okutusa lwendibamalawo :
38 era nditeka entebe yange mu Eramu, nemalamu omwo kabaka nabakungu, bwayogera Mukama.
39 Naye olulituka mu naku ezoluvanyuma ndikomyawo nate obusibe bwa Edomu, bwayogera Mukama.

50

EKIGAMBO Mukama kyeyayogerera ekya Babuloni, ekyensi Eyabakalidaya, mu Yeremiya nabi. 1

Mubulire mu mawanga, mulangire, musimbe ebendera; mulalike, so temukisa: mwogere nti Babuloni kimenyedwa, Beri akwatidwa ensonyi, Merodaka akengenteredwa; ebifananyi byakyo bikwatidwa ensonyi, esanamu zakyo zikengenteredwa. Kubanga mu bukika obwa kono muva egwanga okukitabala, erizisa ensi yakyo, so tewaliba alibera omwo: baduse, bagenze, abantu era nensolo. Mu naku ezo ne mu biro ebyo, bwayogera Mukama, abana ba Isiraeri balija, bo nabana ba Yuda wamu; balikwata ekubo lyabwe nga bakaba amaziga, era balinonya Mukama Katonda wabwe. Balibuza ebya Sayuni, amaso gabwe nga gatunulayo, (nga bogera nti) Muje mwegate ne Mukama nga mulaganye endagano eterigwawo eteryerabirwa. 2 3 4 5

Abantu bange bābanga ndiga ezabula: abasumba babwe babawabya, bābakyamiza ku nsozi: bava ku lusozi nebagenda ku kasozi, berabide ekifo kyabwe ekyokuwumuliramu. Bona ababalaba babalide: nabalabe babwe nebogera nti Tetwonona kubanga bo basobeza Mukama, omubera obutukirivu, Mukama esubi lya bajaja babwe. Muduke muve wakati mu Babuloni, muve munsi Eyabakalidaya, mubere ngembuzi emandwa mu maso gebisibo. Kubanga, laba, ndigolokosa ekibina kyamawanga amakulu nembatabaza Babuloni okuva munsi eyobukika obwa kono: era balisimba enyiriri okulwana nakyo; kirigyibwa eyo: obusale bwabwe buliba ngobwomusaja owamanyi omukabakaba; tewaliba afida busa. Awo Obukalidaya buliba munyago: bona ababunyaga balikuta, bwayogera Mukama. 6 7 8 9 10

11 Kubanga musanyuse, kubanga mujaguza, mwe
abanyaga obusika bwange, kubanga muligita
ngente endusi ewula, nemufugula ngembalasi
12 ezamanyi; nyamwe alikwatibwa ensonyi nyingi
nyo; eyabazala aliswala: laba, aliba wa nkome-
rero mu mawanga, olukola, ensi enkalu, nedungu.
13 Olwobusungu bwa Mukama kyeriva erema oku-
tulwamu, naye erirekerwawo dala: buli aita ku
Babuloni alisamalirira nasoza ebibonobono byakyo
14 byona. Musimbe enyiriri okulwana ne Babuloni
enjuwi zona, mwe mwena abananula omutego;
mukirase, temusasira busale: kubanga kyayonona
15 Mukama. Mukirekanireko enjuwi zona; kijemu-
lukuse; amakomera gakyo gagude, babugwe
bakyo basulidwa: kubanga lye gwanga Mukama
lyawalana; mukiwalaneko egwanga; nga bwe-
16 kyakolanga mukikole bwemutyo. Mumalewo
asiga mu Babuloni, noyo akwata ekiwabyo mu
biro ebyokukunguliramu: olwokutya ekitala
ekijoga balikyukira buli muntu eri abantu be-
wabwe, era balidukira buli muntu munsi yewa-
bwe.
17 Isiraeri ndiga ewabye; empologoma zimugo-
bye: kabaka Webwasuli ye yasoka okumulya;
ne Nebukadireza ono kabaka Webabuloni ye
18 wenkomerero, amenye amagumbage. Mukama
wegye, Katonda wa Isiraeri, kyava ayogera bwati
nti Laba, ndibonereza kabaka Webabuloni nensiye
19 nga bwenabonereza kabaka Webwasuli. Era
ndimukomyawo Isiraeri nate mu dundirolye, era
alirira ku Kalameri ne Basani, nememeye eriku-
20 tira ku nsozi za Eferaimu, ne mu Gireada. Mu
naku ezo ne mu biro ebyo, bwayogera Mukama,
obutali butukirivu bwa Isiraeri balibunonya,
songa tewali; nebibi bya Yuda, so tebirirabika:
kubanga ndisonyiwa abo bendireka okuba eki-
tundu ekifisewo.

Tabala ensi Yemeresaimu, gyoba otabala, nabo 21
abali mu Pekoda: ote ozikiririze dala nyuma
wabwe, bwayogera Mukama, okole nga byona
bwebiri byenakulagira. Edobozi eryentalo liri 22
munsi neryokuzikirira okunene. Enyondo eyensi 23
zona ngetemedwa ngemenyese! Babuloni nga
kifuse amatongo mu mawanga! Nakutēgera 24
omutego, nokukwatibwa okwatidwa, ai Babuloni,
so tewamanyirira: olabise nokukwatibwa okwa-
tidwa, kubanga wawakana ne Mukama. Mukama 25
asumulude eterekero lyebyokulwanyisabye, era
agyemu ebyokulwanyisa ebyokunyigakwe:
kubanga Mukama, Mukama wegye, alina omuli-
mu (gwagenda okukola) munsi Eyabakalidaya.
Muje mukirumbe nga muva ku nsalo ekomere- 26
nyo, musumulule amawanika gakyo: mukitume
nga bifunvu, mukizikiririze dala: waleme oku-
bawo ekintu ekisigala kukyo. Mute ente zakyo 27
zona; ziserengete mu kutibwa: zizisanze!
kubanga olunaku lwazo lutuse, olunaku kwezi-
rijirwa. Edobozi lyabo abaduka nebawona munsi 28
Yebabuloni, okubulira mu Sayuni egwanga Mu-
kama Katonda wafe lyaliwalana, lwaliwalana olwe-
yekaluye. Muite abalasi bakungane balumbe Babu- 29
loni, abo bona abananula omutego, musisire oku-
kyolekera enjuwi zona; waleme okuba aliwona ku-
kyo: musasule ngomulimu gwakyo bwegwali; nga
byona bwebiri byekyakolanga, bwemutyo muki-
kolanga: kubanga yabanga wa malala eri Mu-
kama, eri Omutukuvu owa Isiraeri. Abalenzi 30
bakyo kyebaliva bagwira mu ngudo zakyo, naba-
saja bakyo bona abalwanyi balisirisibwa ku
lunaku olwo, bwayogera Mukama. Laba, ndi 31
mulabewo, ai gwalina amalala, bwayogera Mu-
kama, Mukama wegye: kubanga olunakulwo
lutuse, ekisera mwenakujirira. Alina amalala 32
alyesitala nagwa, so tewaliba alimuimusa: era

ndikuma omuliro mu bibugabye, era gulyokya bona abamwetolode.

33 Bwati bwayogera Mukama wegye nti Abana ba Isiraeri nabana ba Yuda babajogera wamu: nabo bona ababatwala okuba abasibe babanyu-
34 wezeza; baganyi okubata. Omununuzi wabwe wa manyi; Mukama wegye lye linyalye: aliwoleza dala ensonga yabwe, alyoke awumuze ensi,
35 era yeralikirize abo abali mu Babuloni. Ekitala kiri ku Bakalidaya, bwayogera Mukama, ne kwabo abali mu Babuloni ne ku bakungu bamu
36 ne ku bagezigezi bamu. Ekitala kiri kwabo abenyumiriza, era balisiruwala: ekitala kiri ku basaja bamu abamanyi, era balikengentererwa.
37 Ekitala kiri ku mbalasi zabwe ne ku magali gabwe ne ku bantu bona abātabulwa abali wakati mukyo, era balifuka ngabakazi: ekitala kiri ku bintu byamu ebyobugaga, era birinyagibwa.
38 Ekyanda kiri ku ma'zi gamu, era galikalira: kubanga nsi ya bifananyi byole, era balalukide
39 esanamu. Ensolo ezomunsiko ezomulukola kyeziriva zibera eyo, ne bamaya balibera omwo: so tekiriberwamu nate enaku zona; so tekiritulwamu
40 emirembe nemirembe. Nga Katonda bweyasula Sodoma ne Gomola nebibuga ebyaliranawo, bwayogera Mukama; bwekityo tewaliba muntu alitula eyo, so tewaliba mwana wa muntu alibera
41 omwo. Laba, egwanga liva ebukika obwa kono; era ekika ekikulu, era bakabaka bangi abaliimusibwa okuva ku njuwi zensi ezikomererayo.
42 Bakwata omutego nefumu; bakambwe so tebalina kusasira; edobozi lyabwe liwuma ngenyanja, era bebagala embalasi; buli muntu ngatala ngomuntu bwatalira olutalo, okulwana nawe, ai
43 omuwala wa Babuloni. Kabaka Webabuloni awulide etutumo lyabwe, emikonogye negidirira: obubalagaze bumukute nobulumi ngomukazi alu-

mwa okuzala. Laba, alirinya ngempologoma eva 44
ku malala ga Yolidani, okulumba ekifo ekya-
manyi ekyokuberamu: naye ndibakidusa ma-
ngwago; era buli alirondebwa, oyo gwendikuza
kukyo: kubanga ani afanana nze? era ani alinte-
kerawo ekisera? era ani omusumba aliimirira
mu maso gange? Kale muwulire okutesa kwa 45
Mukama kwateseza eri Babuloni; nebyo byama-
liride eri ensi Eyabakalidaya: Tebalirema kuba-
walula okubagyayo, abana abato abomukisibo;
talirema kulekesayo ekifo kyabwe ekyokuberamu
wamu nabo. Olwedobozi eryokumenya Babuloni 46
etaka likankana, nokukaba kuwulidwa mu
mawanga.

51

Bwati bwayogera Mukama nti Laba, ndireta ku 1
Babuloni ne kwabo abali mu Lebukamai embu-
yaga ezizikiriza. Era nditumira Babuloni bana- 2
gwanga abalikiwuja; nensi yakyo baligimalamu
(byona): kubanga balikirumbira enjuwi zona ku
lunaku olwokulabiramu enaku. Omulasi aleme 3
okunanula omutegogwe, so aleme okweimusa
ngayambade ekizibawokye ekyebyuma; so temu-
sonyiwa balenzi bamu; muzikiririze dala egye
lyamu lyona. Era baligwira munsi Eyabaka- 4
lidaya nga batidwa, era nga bafumitidwa mu
ngudo zakyo. Kubanga Isiraeri talekedwayo 5
Katondawe, Mukama wegye, newakubade Yuda;
ensi yabwe newakubade ngejude omusango
gweba'za eri Omutukuvu owa Isiraeri. Muduke 6
muve mu Babuloni wakati, muwonye buli muntu
obulamubwe; temuzikirizibwa mu butali butuki-
rivu bwakyo: kubanga bye biro Mukama mwa-
walanira egwanga; alikisasula empera. Babu- 7
loni kyabanga ndeku ya zabu mu mukono gwa
Mukama, eyatamiza ensi zona: amawanga ga-

nywede ku mwenge gwakyo; amawanga kye-
8 gavude galaluka. Babuloni kigude mangwago,
era kizikiride: mukiwowoganire; mudire eda-
gala olwobulumi bwakyo, obanga mpozi kina-
9 inzika okuwonyezebwa. Twandiwonyeza Babu-
loni, naye tekiwonye: mukireke, tude buli muntu
munsi yewabwe ye: kubanga omusango
gwakyo gutuse mu gulu, era gugulumizibwa
10 okutuka ne mu banga. Mukama ayoleseza
obutukirivu bwafe: muje tubulire mu Sayuni
11 omulimu gwa Mukama Katonda wafe. Muzi-
gule obusale, munyuweze engabo: Mukama
akubiri'za omwoyo gwa bakabaka Babamedi;
kubanga okutesakwe kuli eri Babuloni okuki-
zikiriza: kubanga lye gwanga Mukama lyawa-
12 lana, lyawalana olweyekaluye. Musimbe ebe-
ndera okwolekera bugwe Webabuloni, munyu-
weze abakumi, mutekewo abakuma, mutegeke
abatezi: kubanga Mukama ateseza nokukola
akoze ebyo byeyayogera kwabo abali mu Babu-
13 loni. Ai gwatula ku ma'zi amangi, alina ebyo-
bugaga bingi nyo nyini, enkomereroyo etuse,
14 ekigero kyomululugwo. Mukama wegye yeraide
yeka (ngayogera nti) Mazima ndikujuza abasaja
nga kalusejera; era balikukubira olwayo.
15 Yakola ensi nobuinzabwe, yanyuweza ebintu
byona namagezige, era yabamba egulu nokute-
16 gerakwe: bwaleta edobozirye, wabawo oluyogano
olwama'zi mu gulu, era alinyisa emika okuva ku
nkomerero zensi; akolera enkuba enjota, era
17 agya embuyaga mu mawanikage. Buli muntu
afuse ngensolo, so talina kumanya; buli muwesi
wa zabu ekifananyikye ekyole kimukwasa enso-
nyi: kubanga ekifananyikye ekisanuse bulimba,
18 so mubyo temuli muka. Birerya, mulimu gwa
bulimba: mu biro mwebirijirirwa birizikirira.
19 Omugabo gwa Yakobo tegufanana ebyo; kubanga

oyo ye mubumbi wa byona ; era (Isiraeri) kye kika ekyobusikabwe : Mukama wegye lye linyalye.

Gwe mbazi yange erwana, era ebyokulwanyisa byange : era gwe ndimenyesamenyesa amawanga ; era gwe ndizikirizisa obwakabaka ; era gwe ndimenyesamenyesa embalasi noyo agyebagade ; era gwe ndimenyesamenyesa egali noyo atambula omwo ; era gwe ndimenyesamenyesa omusaja nomukazi ; era gwe ndimenyesamenyesa omukade nomulenzi ; era gwe ndimenyesamenyesa omulenzi nomuwala ; era gwe ndimenyesamenyesa omusumba nekisibokye ; era gwe ndimenyesamenyesa omulimi nomugogogwe (ogwente) ; era gwe ndimenyesamenyesa abafuga nabasigire. Era ndisasula Babuloni nabo bona abali mu Bukalidaya obubi bwabwe bwona bwebakakola mu Sayuni mwe nga mulaba, bwayogera Mukama.

Laba, ndi mulabewo, ai olusozi oluzikiriza, bwayogera Mukama, oluzikiriza ensi zona : era ndikugololerako omukono gwange, nenkuiringisa okuva ku mainja, era ndikufula olusozi olwagya. Sotebalikugyako jinja okuba ensonda, newakubade ejinja eryemisingi ; naye oliba matongo emirembe gyona, bwayogera Mukama. Musimbe ebendera munsi, mufuwe ekondere mu mawanga, mutegeke amawanga okulwana nakyo, muite obwakabaka obwa Alalati ne Mini ne Asikenazi, okukikuganirako : mukigabire omugabe ; mulinyise embalasi ngobuwuka obuliko obwoya. Mutegeke amawanga okulwana nakyo, bakabaka Babamedi, abamasaza bamu, nabasigire bona bamu, nensi yona gyatwala. Era ensi ekankana, erumwa : kubanga ebyo Mukama byeyamalirira eri Babuloni binyuwera, okufula ensi Yebabuloni amatongo, nga tewali aberamu. Abasaja abamanyi Abebabuloni baleseyo okulwana, basigade mu

bifo byabwe ebyamanyi ; amanyi gabwe gawede ;
bafuse ngabakazi : enyumba zakyo zokedwa ;
31 ebisiba byakyo bimenyese. Omutalisi omu ali-
dukana okusisinkana ne mune, nomubaka omu
okusisinkana ne mune, okunyonyola kabaka
Webabuloni ngekibugakye kimenyedwa enjuwi
32 zona : era basōnōkere'za amawungukiro, nendago
bazokeza omuliro, nabasaja abalwanyi batide.
33 Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye,
Katonda wa Isiraeri, nti Omuwala wa Babuloni
ali nganga eguliro mu biro lwebalisambiramu ;
ekyasigadeyo ekisera kitono ebiro ebyokukungali-
34 ramu birikitukira. Nebukadireza kabaka
Webabuloni andide, ambetense, anfude ekibya
ekyerere, a'mize ngogusota, ajuziza olubutolwe
35 ebyokulira byange ebirungi ; ansude. Ekyejo
ekyagirirwa nze nomubiri gwange kibere ku
Babuloni, ali mu Sayuni bwalyogera ; era Omusai
gwange gubere kwabo abali mu Bukalidaya,
36 Yerusalemi bwalyogera. Mukama kyava ayogera
bwati nti Laba, ndiwoza ensongayo, nenku-
walanira egwanga ; era ndikaliza enyanja yakyo,
37 era ndimalawo ensulo yakyo. Awo Babuloni
kirifuka bifunvu, ekifo ekyebibe ekyokuberamu,
ekyewunyo, nokusozebwa, nga tewali akiberamu.
38 Baliwulugumira wamu ngempologoma ento ;
39 balivumira wamu ngabana bempologoma. Bwe-
balibugumirira, lwendifumba embaga yabwe, era
ndibatamiza, basanyuke, era bebake otulo otutali-
gwawo, so baleme okuzukuka, bwayogera Mukama.
40 Ndibaserengesa ngabana bendiga okutibwa,
41 ngendiga enume wamu nembuzi emandwa. Sesaka
nga kimenyedwa ! netendo eryensi zona nga
balisōnōkere'za ! Babuloni nga kifuse amatongo
42 mu mawanga ! Enyanja erinye ku Babuloni :
43 olufulube lwamayengo gayo lukibiseko. Ebibuga
byakyo bifuse matongo, ensi enkalu nedungu, ensi

omutali muntu so tewali mwana wa muntu aitawo.
Era ndireta omusango ku Beri mu Babuloni, era 44
ndigya mu kamwake ekyo kyeyamira ; so nama-
wanga nga tegakyakulukutira wamu gyali nate :
wewawo, bugwe Webabuloni aligwa.
Mwe abantu bange, muve wakati mukyo, 45
mwerokole buli muntu ekiruwi kya Mukama.
So nomutima gwamwe guleme okuzirika, so 46
temutyanga olwekigambo ekiriwulirwa munsi ;
kubanga ekigambo kirijira mu mwaka gumu, era
oluvanyuma mu mwaka omulala ekigambo (kirija)
nekyejo munsi, owesaza ngalwana nowesaza.
Kale, laba, enaku zija lwendireta omusango ku 47
bifananyi ebyole ebya Babuloni, nensi yayo yona
erikwatibwa ensonyi ; nabayo bona abatidwa bali-
gwira wakati mukyo. Awo egulu nensi ne byona 48
ebibirimu biriimba nesanyu olwa Babuloni ;
kubanga abanyazi balija gyekiri okuva ebukika
obwa kono, bwayogera Mukama. Nga Babuloni 49
bwekyagwisa aba Isiraeri abatibwa, bwebatyo
Ebabuloni abensi yona abatidwa gyebaligwira.
Mwe abawonye ekitala, mugende, temuimirira 50
buimirizi ; mujukire Mukama nga muima wala,
era Yerusalemi kiingire mu mwoyo gwamwe.
Tukwatidwa ensonyi, kubanga tuwulide ebivume ; 51
amaso gafe gaswade : kubanga banagwanga
baingide mu bifo ebitukuvu ebyomunyumba ya
Mukama. Kale, laba, enaku zija, bwayogera 52
Mukama, lwendireta omusango ku bifananyi
byakyo ebyole ; ne munsi yakyo yona abaliko
ebiwundu balisinda. Babuloni newakubade nga 53
kirinye okutusa mu gulu, era newakubade nga
kinyuwezeza entiko eyamanyi gakyo, era naye
abanyazi balija gyekiri okuva wendi, bwayogera
Mukama. Edobozi eryokukaba erivude mu 54
Babuloni neryokuzikirira okunene erivude munsi
Eyabakalidaya ! kubanga Mukama anyaga Babu- 55

loni, era azikiriza oluyogano olunene okuva mukyo; namayengo gabwe gawuma ngama'zi amangi, era baleta okuyogana kwedobozi lyabwe:
56 kubanga omunyazi akituseko, ku Babuloni, nabasaja bamu abamanyi bawambidwa, emitego gyabwe gimenyesemenyese: kubanga Mukama
57 ye Katonda asasula, talirema kuwa mpera. Era nditamiza abakungu bamu nabagezigezi bamu, abamasaza bamu nabasigire bamu nabasaja bamu abamanyi; era balyebaka otulo otutaligwawo so tebalizukuka, bwayogera Kabaka, erinyalye
58 Mukama wegye. Bwati bwayogera Mukama wegye nti Babugwe abagazi Abebabuloni balisulirwadala, nemizigo gyakyo emiwanvu giryokebwa omuliro; namawanga galiteganira obutalimu, nebika (biriteganira) omuliro; era balikowa.
59 Ekigambo Yeremiya nabi kyeyalagira Seraya mutabani wa Neriya mutabani wa Maseya, bweyagenda Ebabuloni wamu ne Zedekiya kabaka wa Yuda mu mwaka ogwokufugakwe ogwokuna.
60 Era Seraya yali sabakaki omukulu. Awo Yeremiya nawandika mu kitabo obubi bwona obwali bugenda okuja ku Babuloni, bye bigambo ebyo
61 byona ebiwandikidwa ku Babuloni. Awo Yeremiya nagamba Seraya nti Bwolituka mu Babuloni, awo tolemanga kusoma ebigambo bino byona,
62 oyogere nti Ai Mukama, wayogera ebyekifo kino okukizikiriza omuntu yena aleme okutula omwo, omuntu newakubade ensolo, naye kirekebwewo
63 enaku zona. Awo olulituka bwolimala okusoma ekitabo kino, nolyoka okisibako ejinja nokisula
64 mu Firati wakati: era olyogera nti Babuloni bwekirika bwekityo, so tekiribulukuka nate, olwobubi bwendikiretako: era balikowa.

Ebigambo bya Yeremiya webikoma wano.

52

ZEDEKIYA yali yakamaze emyaka amakumi 1
abiri mu gumu bweyalya; nafugira emyaka kumi
nogumu mu Yerusalemi: ne nyina erinyalye yali 2
Kamutali muwala wa Yeremiya Oweribuna.
Nakola ebyo ebyali mu maso ga Mukama ebibi,
nga byona bwebyali Yekoyakimu byeyali akoze.
Kubanga kyatukirira olwobusungu bwa Mukama 3
mu Yerusalemi ne Yuda okutusa lweyamala
okubasula okuva mu masoge: era Zedekiya
najemera kabaka Webabuloni. Awo olwatuka 4
mu mwaka ogwomwenda ogwokufugakwe mu
mwezi ogwekumi ku lunaku olwomwezi olwe-
kumi Nebukadireza kabaka Webabuloni naja, ye
negyerye lyona, okutabala Yerusalemi nasisira
okukyolekera; nebakizimbirako ebigo enjuwi
zona. Awo ekibuga nekizingizibwa okutuka ku 5
mwaka ogwekumi nogumu ogwa kabaka Zedekiya.
Mu mwezi ogwokuna ku lunaku olwomwenda 6
olwomwezi enjala neba nyingi mu kibuga, newa-
tabawo mere eri abantu abomunsi. Awo neba- 7
wagula ekituli mu kibuga, abasaja bona abalwanyi
nebaduka nebafuluma mu kibuga ekiro mu kubo
eryomuzigo wakati mu babugwe ababiri, ogwali-
rana olusuku lwa kabaka; [era Abakalidaya bali
bazingiziza ekibuga enjuwi zona:] nebaita mu
kubo erya Alaba. Naye egye Eryabakalidaya 8
nebagoberera kabaka, nebamutukako Zedekiya
mu nsenyi Ezeyeriko; egyerye lyona nerisasana
okumuvako. Awo nebawamba kabaka, neba- 9
mwambusa eri kabaka Webabuloni Eribula munsi
Eyekamasi; namusalira omusango. Awo kabaka 10
Webabuloni nata batabani ba Zedekiya ye
ngalaba: era nata nabakungu bona aba Yuda
Eribula. Namugyamu amaso Zedekiya; kabaka 11
Webabuloni namusiba mu masamba namutwala

Ebabuloni, namuteka mu komera okutusa ku lunaku kweyafira.

12 Awo mu mwezi ogwokutano ku lunaku olwekumi olwomwezi, gwe mwaka ogwekumi nomwenda ogwa kabaka Nebukadireza kabaka Webabuloni, Nebuzaladani omukulu wabambowa, eyaimiriranga mu maso ga kabaka Webabuloni,
13 naja mu Yerusalemi: nayokya enyumba ya Mukama nenyumba ya kabaka; nenyumba zona ezomu Yerusalemi, buli nyumba enene yagyokya
14 omuliro. Negye lyona Eryabakalidaya abali awamu nomukulu wabambowa nebamenya
15 bugwe yena Oweyerusalemi enjuwi zona. Awo Nebuzaladani omukulu wabambowa natwala nga basibe kwabo abasinga obwavu ku bantu nekitundu ekifisewo ku bantu ekyali kisigade mu kibuga nabo abali basenguse, abāsenga kabaka Webabuloni, nekitundu ekyali kisigade ekyaba-
16 kopi. Naye Nebuzaladani omukulu wabambowa naleka kwabo abasinga obwavu munsi okulongo-
17 sanga emizabibu nokulimanga. Nempagi ezebikomo ezali mu nyumba ya Mukama nentebe nenyanja eyekikomo ebyali mu nyumba ya Mukama Abakalidaya nebabimenyamenya, neba-
18 twala Ebabuloni ebikomo byabyo byona. Era nentamu nebijiko nebisalako ebisiriza nebibya nobukai nebintu byona ebyebikomo byebawere-
19 zanga nabyo nebabitwala. Nendeku nemumbiro nebibya nentamu nebikondo nobukai nobubya; ebyali ebya zabu, mu zabu, nebyo ebyali ebya feza, mu feza, omukulu wabambowa bweyabitwala
20 bwatyo. Empagi zombi, enyanja emu, nente enume ezebikomo ekumi nebiri ezali wansi wentebe, kabaka Sulemani byeyakolera enyumba ya Mukama: ebikomo ebyebintu ebyo byona tebyapimika.
21 Nempagi, obuwanvu bwempagi emu emikono kumi nomunana; nomugwa ogwemikono kumi

nebiri gwagyetolola; nobugazi bwayo bwali engalo nya: yalimu omuwulukwa. Era yaliko 22
omutwe ogwekikomo; nomutwe gumu obuwanvu bwagwo emikono etano, omutwe nga guliko ebitimba namakomamawanga enjuwi zona, byona bya bikomo: nempagi eyokubiri nayo yaliko ebifanana ebyo namakomamawanga. Era ku 23
mbirizi kwaliko amakomamawanga kyenda mu mukaga; amakomamawanga gona gali kikumi ku bitimba enjuwi zona. Awo omukulu waba- 24
mbowa natwala Seraya kabona omukulu ne Sefaniya kabona owokubiri nabagazi abasatu: nagya mu kibuga omwami eyatwalanga abasaja 25
abalwanyi; nabasaja musanvu kwabo abalabanga amaso ga kabaka, abalabika mu kibuga; nomuwandisi owomukulu wegye eyayolesanga abantu abomunsi; nabasaja nkaga abokubantu abomunsi abalabika mu kibuga wakati. Awo Nebuzaladani 26
omukulu wabambowa nabatwala nabaleta eri kabaka Webabuloni Eribula. Kabaka Webabu- 27
loni nabafumita nabatira Eribula munsi Eyekamasi. Awo Yuda natwalibwa nga musibe okuva munsiye. Bano be bantu Nebukadireza beyatwala 28
nga basibe: mu mwaka ogwomusanvu Abayudaya enkumi satu mwamakumi abiri mu basatu: mu 29
mwaka gwa Nebukadireza ogwekumi nomunana natwala nga basibe okubagya Eyerusalemi abantu lunana mwamakumi asatu mu babiri: mu mwaka 30
gwa Nebukadireza ogwamakumi abiri mwesatu Nebuzaladani omukulu wabambowa natwala nga basibe ku Bayudaya abantu lusanvu mwamakumi ana mu batano: abantu bona bali enkumi nya mu lukaga.

Awo olwatuka mu mwaka ogwamakumi asatu 31
mu musanvu ogwokusibibwa kwa Yekoyakini kabaka wa Yuda, mu mwezi ogwekumi nebiri ku lunaku olwamakumi abiri mu tano Evirimerodaka

kabaka Webabuloni mu mwaka (ogwoluberye-
berye) ogwokufugakwe naimusa omutwe gwa
Yekoyakini kabaka wa Yuda, namugya mu
32 komera ; nayogera naye ebyekisa, nagulumiza
entebeye okusinga entebe za bakabaka abali
33 awamu naye mu Babuloni. Nawanyisa ebya-
mbalobye ebyomukomera, nalīranga emere bulijo
34 mu masoge enaku zona ezobulamubwe. Era
okumulisanga kabaka Webabuloni namusalira
ebyenkalakalira, omugabo ogwoku buli lunaku
okutusa ku lunaku kweyafira, enaku zona
ezobulamubwe.

OKUKUNGUBAGA KWA YEREMIYA.

1

1 Ekibuga nga kitude kyoka ekyajulanga
abantu !
(Nga) kifuse okuba nga munamwandu !
Ekyabanga omukulu mu mawanga, omumbeja mu
masaza,
(Nga) kifuse kya musolo !
2 Akaba nyo nyini kiro namazigage gali ku
matamage ;
Mu baganzibe bona talina nomu wa kumusa-
nyusa :
Emikwanogye gyona bamukusakusiza,
Bafuse abalabebe.
3 Yuda agenze mu busibe olwoku o yabonyezebwa
nolwobudu obuzito ;
Abera mu banagwanga, talaba kiwumulo :
Bona abamuiganya bamukwatira wabi.

Amakubo ga Sayuni gakaba, kubanga tewali aja eri okukungana okutukuvu ;
Emizigogye gyona girekedwawo, bakabonabe basinda :
Abawalabe baliko obuinike, naye ye nyini abalagalwa.
Abalabebe bafuse omutwe, abamukyawa balabye omukisa ;
Kubanga Mukama amubonyabonyeza olwolufulube lwebyononobye :
Abanabe abato bagenze mu kusibibwa mu maso gomulabe.
Era omuwala wa Sayuni afiridwa obukulubwe bwona :
Abakungube bafuse ngenangazi ezitalaba mudo,
Era bagenze nga tebalina manyi mu maso goyo aiganya.
Yerusalemi ajukirira mu naku ezokulabiramu enaku nobuinike
Ebintubye byona ebisanyusa ebyabangawo okuva mu naku ezeda :
Abantube bwebāgwa mu mukono gwomulabe, songa tewali amubera,
Abalabe bāmulaba nebakudalira okuzikakwe.
Yerusalemi yayonona nyo nyini, kyavude afuka ngekintu ekitali kirongofu :
Bona abamusangamu ekitibwa bamunyomye, kubanga balabye ensonyize :
Wewawo, asa ekikowe nakyuka enyuma.
Empitambiye yali mu birengebye ; teyajukira nkomereroye ya luvanyuma ;
Kyavude akakanywa kitalo ; talina amusanyusa :
Ai Mukama, tunulira okubonyabonyezebwa kwange ; kubanga omulabe yegulumiziza.
Omulabe agolode omukonogwe ku bintubye byona ebisanyusa :

Kubanga alabye nga banagwanga baingide mu kifokye ekitukuvu.
Bewalagirako baleme okuingiranga mu kibinakyo.
11 Abantube bona basa ebikowe, banonya emere;
Bawadeyo ebintu byabwe ebisanyusa okugula emere okuwezaweza ememe (yabwe):
Tunula, ai Mukama, olabe; kubanga nfuse ataliko kyagasa.
12 Temufayo, mwe mwena abaitawo?
Mutunule mulabe obanga waliwo obuinike bwona obwenkana obuinike bwange obukoledwa nze,
Mukama bwambonyabonyezeza ku lunaku olwekiruwikye.
13 Yawereza omuliro mu magumba gange ngaima wagulu, negugawangula:
Ategede ebigere byange ekitimba, anziziza enyuma;
Andeseko okuwubala nokuzirika nokuyongobera okuzibya obude.
14 Ekikoligo kyebyonono byange omukonogwe gwe gukisibye;
Byezinzezinze, birinye ku nsingo yange; amazewo amanyi gange:
Mukama angabude mu mikono gyabo besiinza kuimirira mu maso gabwe.
15 Mukama anyomye abasaja bange bona abamanyi wakati munze;
Ankunganyiri'zako okukungana okutukuvu okubetenta abalenzi bange:
Mukama asambye omuwala wa Yuda atamanyi musaja nga mu sogolero.
16 Olwebyo kyenvude nkaba amaziga, eriso lyange, eriso lyange likulukuta ama'zi;
Kubanga omukubagiza eyandisanyusiza ememe yange andi wala:

Abana bange balekedwawo kubanga omulabe awangude.
Sayuni ayanjuluza emikonogye ; tewali wa 17
kumukubagiza ;
Mukama alagide ebya Yakobo abo abamwetolode
babere abalabebe :
Yerusalemi ali mubo ngekintu ekitali
kirongofu.
Mukama mutukirivu ; kubanga njemede ekiragi- 18
rokye :
Muwulire, mbegairide, mwe amawanga gona,
mulabe obuinike bwange :
Abawala bange : nabalenzi bange bagenze mu
busibe.
Naita baganzi bange, (naye) nebanimba : 19
Bakabona bange nabakade bange bawerayo
obulamu bwabwe mu kibuga,
Nga bwebenonyeza emere okuwezaweza ememe
zabwe.
Tunula, ai Mukama ; kubanga ndi mu naku : 20
ememe yange yeralikiride ;
Omutima gwange gukyuse munda yange ; kuba-
nga njemye nyo nyini :
Ebweru ekitala kinyaga, munju mulimu ngokufa.
Bawulide nga nzisa ebikowe ; tewali wa kunku- 21
bagiza ;
Abalabe bange bona bawulide enaku zendabye ;
basanyuse kubanga okirese :
Olireta olunaku lwewalangira, nabo balifanana
nze.
Obubi bwabwe bwona butuke mu masogo ; 22
Era obakole bo nga bwonkoze nze olwokusobya
kwange kwona :
Kubanga ebikowe byenzisa bingi, nomutima
gwange guyongobede.

2

1 MUKAMA ngabiseko ekire ku muwala wa Sayuni
ngaliko obusungu !
Asude kunsi okuva mu gulu obulungi bwa
Isiraeri,
So tajukide ntebe ya bigerebye ku lunaku olwo-
busungubwe.
2 Mukama amize enyumba zona eza Yakobo, so
takwatidwa kisa ;
Asude ebifo ebyamanyi ebyomuwala wa Yuda
olwobusungubwe ;
Abikakanyiza okutuka ku taka :
Ayononye obwakabaka nabakungu bamu.
3 Amazewo ejembe lyona erya Isiraeri ngaliko
ekiruwi ;
Azizayo omukonogwe ogwadyo mu maso gomu-
labe :
Era ayokeza Yakobo ngomuliro ogwaka enyo,
ogwokya enjuwi zona.
4 Ananude omutegogwe ngomulabe, aimiride omu-
konogwe ogwadyo nga gwe mulabe,
Era ase bona abasanyusanga amaso :
Mu wema eyomuwala wa Sayuni mwafukide
obusungubwe ngomuliro.
5 Mukama afuse ngomulabe, amize Isiraeri ;
Amize amayumba gamu gona, azikiri'za ebifobye
ebyamanyi :
Era ayongede okuwubala nokukungubaga mu
muwala wa Yuda.
6 Era agyewo ewemaye lwa manyi, ngeyomu-
lusuku ;
Azikiri'za ekifokye ekyokukunganirangamu :
Mukama yerabi'za mu Sayuni okukungana oku-
tukuvu ne sabiti,
Era anyomye kabaka ne kabona olwokunyiga
kwobusungubwe.

Mukama asude ekyotokye, atamidwa awatu- 7
kuvuwe,
Awadeyo mu mukono gwomulabe ebisenge
byamayumba gamu :
Bayoganide mu nyumba ya Mukama, nga ku
lunaku olwokukungana okutukuvu.
Mukama ateseza okuzikiriza bugwe owomuwala 8
wa Sayuni ;
Aleze omugwa, omukonogwe taguzizayo okuleka
okuzikiriza :
Naye akungubaziza olukomera ne bugwe ; bigwe-
rawo wamu.
Emizigogye gibulide mu taka ; azikiri'za amenye 9
ebisibabye :
Kabakawe nabakungube bali mu mawanga eteri
mateka ;
Wewawo, banabibe tebalaba kwolesebwa okuvude
eri Mukama.
Abakade abomuwala wa Sayuni batude ku taka, 10
basirise ;
Batade enfufu ku mitwe gyabwe ; besibye ebibu-
kutu :
Abawala ba Yerusalemi bakoteka emitwe
wansi.
Amaso gange gaziba olwamaziga, ememe yange 11
yeralikiride,
Ekibumba kyange kifukidwa ku taka olwokuzi-
kirira kwomuwala wabantu bange ;
Kubanga abana abato nabayonka bazirikira mu
ngudo ezomukibuga.
Bagamba banyabwe nti Engano nomwenge 12
birirudawa ?
Bwebazirikira ngabaliko ebiwundu mu ngudo
ezomukibuga,
Ememe yabwe bwefukibwa mu kifuba kya
banyabwe.
Kiki kyenakutegeza nga ndi mujulirwa gyoli ? 13

kiki kyenafananya nawe, ai omuwala wa Yerusalemi?
Kiki kyenenkanya nawe, nkusanyuse, ai omuwala wa Sayuni atamanyi musaja?
Kubanga ekitulikyo kinene ngenyanja: ani ainza okukuwonya?
14 Banabibo bakulabide okwolesebwa okutalimu okwobusirusiru;
So tebakunyonyode obutali butukirivubwo, okukomyawo obusibebwo:
Naye bakulabide emigugu egitalimu nensonga ezokugobebwa.
15 Bona abaitawo bakukubira mu ngalo;
Basoza nebanyenyereza omutwe gwabwe omuwala wa Yerusalemi (nga bogera nti)
Kino kye kibuga abantu kyebaitanga nti Obulungi obwatukirira, Esanyu eryensi zona?
16 Abalabebo bona bakwasamide nyo akamwa kabwe;
Basoza nebaluma obujigi; bogera nti Tumumize;
Mazima luno lwe lunaku lwetwasubira; tulusanze, tululabye.
17 Mukama akoze ekyo kyeyatesa;
Atukiri'za ekigambokye kyeyalagira mu naku ezeda;
Asude so tasaside:
Era awade omulabe okukusanyukirako,
Agulumiziza ejembe lyabo abakukyawa.
18 Omutima gwabwe gwakabira Mukama:
Ai bugwe owomuwala wa Sayuni, amaziga gakulukute ngomuga emisana nekiro;
Tewewumuza nakatono; emunyi lyerisolyo terekangayo.
19 Golokoka, okabe ekiro ebisisimuka webisokera;
Fuka omutimagwo ngama'zi mu maso ga Mukama:

Imusa emikonogyo gyali olwobulamu bwabanabo abato,
Abagala okufa enjala buli lugudo werusibuka.
Tunula, ai Mukama, olabe bwali gwokoze bwo- 20
tyo!
Abakazi balirya ebibala byabwe, abana ababusi-
bwabusibwa mu mikono (gyabwe)?
Kabona ne nabi balitirwa mu kifo ekitukuvu
ekya Mukama?
Omulenzi nomukade bagalamide ku taka mu 21
ngudo;
Abawala bange nabalenzi bange bagude nekitala:
Obatide ku lunaku olwobusungubwo; ose so
tosaside.
Oise entisa zange okukungana okuva enjuwi zona 22
nga ku lunaku olwokukungana okutukuvu,
So tewali eyawona newakubade eyasigalawo ku
lunaku olwobusungu bwa Mukama:
Abo benabusabusa nendera omulabe wange aba-
mazewo.

3

Nze ndi muntu oyo eyalaba enaku olwomugo 1
ogwobusungubwe.
Yantwala nantambuliza mu kizikiza so si mu 2
musana.
Mazima tata kundetako mukonogwe okuzibya 3
obude.
Omubiri gwange nediba lyange abikadii'za; 4
amenye amagumba gange.
Anzimbideko nanetoloza akalulwe nokulumwa. 5
Antuziza mu bifo ebyekizikiza ngabo abafa 6
eda.
Ankomede nokuinza nesiinza kufuluma; azito- 7
ye'za olujegere lwange.
Wewawo, bwenkaba nenkuba endulu okuberwa, 8
agalira okusaba kwange.

9 Akomede amakubo gange namainja amateme, akyami'za empitiro zange.
10 Ali gyendi ngedubu etega, ngempologoma eri mu bifo ebyekyama.
11 Akyamiza olugendo lwange, nantagulatagula; ansamaliri'za.
12 Ananude omutegogwe, nantekawo okuba sabawa wakasale.
13 Aingiziza mu meme yange ebiri mu mufukogwe.
14 Nfuse ekyokusekererwa eri abantu bange bona; noluimba lwabwe okuzibya obude.
15 Anzikusiza obubalagaze, a'nyiiza abusinso,
16 Era amenye amanyo gange noluinjainja, ambiseko evu.
17 Era wayawula ememe yange okuba ewala nemirembe; nerabira omukisa bwegufanana.
18 Nenjogera nti Amanyi gabuze, nokusubira kwange okuva eri Mukama.
19 Jukira enaku zange nobuinike bwange, abusinso nakalulwe.
20 Ememe yange ekyabijukira, era ekutamye munda yange.
21 Nkijukira ekyo, kyenvude mbera nokusubira.
22 (Kwe) kusasira kwa Mukama fe obutamalwawo, kubanga ekisakye tekigwawo.
23 Kiba kigya buli nkya; obwesigwabwo bungi.
24 Mukama gwe mugabo gwange, ememe yange bweyogera; kyenava musubira.
25 Mukama aba mulungi eri abo abamulindirira, eri ememe emunonya.
26 Kirungi omuntu okusubira nokulindirira obulokozi bwa Mukama ngaterede.
27 Kirungi omuntu okusitula ekikoligo mu butobwe.
28 Atule yeka asirike, kubanga akimutadeko.
29 Ateke akamwake mu nfufu obanga mpozi wanabawo okusubira.

Awe etamalye eri oyo amukuba; a'kute okuvumibwa. 30
Kubanga Mukama talisula enaku zona. 31
Kuba newakubade ngaleta obuinike, naye alikwatibwa ekisa ngolufulube lwokusasirakwe bweruli. 32
Kubanga tagenderera kubonyabonya newakubade okuluma abana babantu. 33
Okulinyirira nekigere abasibe bona abomunsi, 34
Okukyamya ensonga yomuntu mu maso goyo ali wagulu enyo, 35
Nokulya ensonga, ebyo Mukama tabisima. 36
Ani oyo ayogera nekitukirira, Mukama nga takiragide? 37
Mu kamwa koyo ali wagulu enyo temuvamu ebibi nebirungi? 38
Omuntu omulamu yemulugunyiza ki, omuntu olwokubonerezebwa olwebibibye? 39
Tukebere tukeme emitima gyafe, tukyukire nate eri Mukama. 40
Tuimuse emitima gyafe wamu nengalo zafe eri Katonda mu gulu. 41
Tusobeza era tujemye; tosonyiye. 42
Otubiseko obusungu, notuiganya; ose so tosaside. 43
Webiseko ekire, okusaba (kwafe) kuleme oguguka (okutukayo). 44
Otufude ngempitambi nebisasiro wakati mu mawanga. 45
Abalabe bafe bona batwasamide nyo akamwa kabwe. 46
Entisa nekinya bitutuseko, okunyagibwa nokuzikirira. 47
Eriso lyange likulukuta emiga egyama'zi olwokuzikirira kwomuwala wabantu bange. 48
Eriso lyange litonya, terirekayo, terita nakatono, 49
Okutusa Mukama lwanaturula wansi nalaba ngaima mu gulu. 50

51 Eriso lyange linakuwaza ememe yange olwabawala bona abekibuga kyange.
52 Bancocede dala nyo ngenyonyi, ababa abalabe bange awatali nsonga.
53 Bamazewo obulamu bwange munju eyekinya, era bansudeko ejinja.
54 Ama'zi gākulukuta ku mutwe gwange ; nenjogera nti 'Malidwawo.
55 Nakabira erinyalyo, ai Mukama, nga nyima munju eyekinya eya wansi enyo.
56 Nowulira edobozi lyange ; tokisa kutukwo kusa muka kwange, okukaba kwange.
57 Wasembera ku lunaku kwenakukabirira : noyogera nti Totya.
58 Ai Mukama, wawoza ensonga ezememe yange ; wanunula obulamu bwange.
59 Ai Mukama, olabye okujogebwa kwange ; nsalira omusango.
60 Olabye egwanga lyona lyebawalana, nenkwe zona zebansalira.
61 Owulide okuvuma kwabwe, ai Mukama, nenkwe zona zebansalira ;
62 Emimwa gyabo abangolokokerako nebyo byebandowolezako okuzibya obude.
63 Tunulira okutula kwabwe nokuimuka kwabwe ; nze ndi luimba lwabwe.
64 Olibasasula empera, ai Mukama, ngomulimu bweguli ogwemikono gyabwe.
65 Olibawa omutima ogukakanyade, ekikolimokyo eri bo.
66 Olibaiganya nobusungu, nobazikiriza okuva wansi wegulu lya Mukama.

4

1 Zabu ngeyononese ! zabu enungi enyo nyini (nga) efuse !

Amainja agomukifo ekitukuvu gafukibwa buli
lugudo werusibuka.
Batabani ba Sayuni abomuwendo omungi, abe- 2
nkana zabu enungi,
Nga baitidwa nsuwa za bumba, omulimu gwemi-
kono gyomubumbi!
Era nemisege gigyayo anabere, giyonsa abana 3
bagyo:
Omuwala wabantu bange afuse mukambwe nga
bamaya mu dungu.
Olulimi lwomwana ayonka lwegase nekibunokye 4
olwenyonta:
Abana abato basaba emere, so tewali abagibegera.
Abalyanga nga benanya bawubalira mu ngudo: 5
Abakulira mu ngoye entwakavu bawambatira
mungo.
Kubanga obutali butukirivu bwomuwala wabantu 6
bange businga obunene ekibi kya Sodoma,
Ekyasulibwa nga mu kasera, so tewali eyakisako
omukono.
Abakungu bali balongofu okusinga omuzira, bali 7
beru okusinga amata,
Emibiri gyabwe gyasinga amainja amatwakavu
okumyuka, bali banyirivu nga safiro:
Amaso gabwe gasinga ekisiriza okudugala; teba- 8
manyibwa mu ngudo:
Ediba lyabwe lyegase namagumba gabwe; likaze,
lifuse ngomugo.
Abatidwa nekitala basinga abo abatidwa nenjala; 9
Kubanga abo bayongobera nga bafumitidwa olwo-
kubulwa ebibala ebyomunimiro.
Abakazi abokusasira okungi bafumbye abana 10
babwe bo nemikono gyabwe bo;
Babanga ba kulya gyebali mu kuzikirira kwomu-
wala wabantu bange.
Mukama atukiri'za ekiruwikye, era afukide dala 11
obusungubwe obukambwe;

Era akumye omuliro mu Sayuni ogwokeza emisingi gyakyo.

12 Bakabaka bensi tebakiriza, newakubade bona abatula munsi zona,
Ngomulabe noyo abakyawa agenda okuingira mu mizigo Egyeyerusalemi.

13 Lwa bibi bya banabi bamu nobutali butukirivu bwa bakabona bamu,
Abayiwa omusai gwabatukirivu wakati mukyo.

14 Bawaba ngabazibe bamaso mu ngudo, bononese nomusai,
Nokuinza abantu nebatainza kukoma ku byambalo byabwe.

15 Muvewo, bwebābalangira, nti Ekitali kirongofu! muvewo, muvewo, temukomako:
Bwebaduka nebawaba, abantu nebogera mu mawanga nti Tebakyabera (wano) nate.

16 Obusungu bwa Mukama bubasasanyiza; takyasayo mwoyo eri bo:
Tebatya maso ga bakabona, tebabaganza bakade.

17 Amaso gafe gakyaziba (nga tutunulira) okuberwa kwafe okutaliko kyekugasa:
Bwetwalindirira twalindirira egwanga eritainza kulokola.

18 Bacoca ebisinde byafe, nokuinza netutainza kutambulira mu ngudo zafe:
Enkomerero yafe enetera kutuka, enaku zafe zitukiride; kubanga enkomerero yafe etuse.

19 Abatuiganya basinga embiro empungu ezomubanga:
Bātucocera ku nsozi, bātutegera mu lukola.

20 Omuka ogwomunyindo zafe, oyo Mukama gweyafukako amafuta, yakwatibwa mu binya byabwe;
Gwetwayogerako nti Tulitula mu mawanga wansi wekisikirize kyoyo.

Sanyuka ojaguze, ai omuwala wa Edomu abera munsi ya Uzi : 21
Endeku eriguka erituka ne kugwe ; olitamira newebikula.
Okubonereza obutali butukirivubwo kutukiride, ai omuwala wa Sayuni ; 22
Takyakutwala nate mu busibe :
Alibonereza obutali butukirivubwo, ai omuwala wa Edomu ;
Alikunyonyola ebibibyo.

5

Jukira, ai Mukama, ebitujide : 1
Tunula olabe okuvumibwa kwafe.
Obusika bwafe bukyuse okuba obwabanagwanga, 2
Enyumba zafe okuba ezabatali bafe.
Tuli bąlekwa, so tetulina bakitafe, 3
Banyafe bali nga banamwandu.
Tunywede ama'zi gafe lwa bintu ; 4
Enku zafe bazituguza.
Abatucoca batuse ku nsingo zafe : 5
Tukoye so tetulina kiwumulo.
Tubagololede Abamisiri emikono, 6
Nabāsuli olwokukuta emere.
Bakitafe bayonona so tebaliwo ; 7
Nafe twetise obutali butukirivu bwabwe.
Abadu batufuga : 8
Tewali wa kutulokola mu mukono gwabwe.
Tufuna emere yafe lwa kusingawo bulamu bwafe 9
Olwekitala ekyomulukola.
Ediba lyafe lidugade ngakabiga 10
Olwolubugumu olwenjala olwokya.
Bākwatira abakazi mu Sayuni, 11
Abawala abatamanyi musaja mu bibuga bya Yuda.
Abakungu bāwanikibwa nomukono gwabwe : 12
Amaso gabakade tebāgasamu kitibwa.
Abalenzi bāsitula olubengo, 13

Nabana abato besitala nga betika enku.
14 Abakade bawedewo mu muzigo,
Abalenzi baleseyo okuimba kwabwe.
15 Esanyu eryomumutima gwafe likomye ;
Okuzina kwafe kufuse okuwubala.
16 Engule egude evude ku mutwe gwafe :
Zitusanze ! kubanga twononye.
17 Omutima gwafe kyeguvude guyongobera ;
Olwebyo amaso gafe kyegavude gaimbala ;
18 Olwolusozi lwa Sayuni, olulekedwawo ;
Ebibe bitambulira okwo.
19 Gwe, ai Mukama, oberera enaku zona ;
Entebeyo ebawo okuva ku mirembe okutuka ku mirembe (gyona).
20 Lwaki okutwerabira enaku zona,
Notuleka ebiro ebyenkanide wano ?
21 Tukyuse gyoli, ai Mukama, nafe tunakyuṣibwa ;
Enaku zafe ozi'ze bugya ngeda.
22 Naye otusulide dala,
Otusunguwalide nyo.

EKITABO

KYA

EZEKIERI.

1

Awo olwatuka mu mwaka ogwamakumi asatu 1
mu (mwezi) ogwokuna ku (lunaku) olwomwezi
olwokutano, bwenali ndi mu basibe ku bali
lyomuga Kebala, egulu neribikulibwa, nendaba
okwolesebwa kwa Katonda. Ku (lunaku) olwo- 2
kutano olwomwezi, gwe gwali omwaka ogwoku-
tano ogwokusibibwa kwa kabaka Yekoyakini,
ekigambo kya Mukama nekimujirira dala Eze- 3
kieri kabona mutabani wa Buzi munsi Eyabaka-
ldaya ku bali lyomuga Kebala; omukono gwa
Mukama negubera kuye eyo. Awo nentunula, 4
era, laba, embuyaga ezikunta olwamanyi nezi-
fuluma ebukika obwa kono, ekire ekinene no-
muliro ogwezingazinga nokumasamasa okukyeto-
lode, era mugwo wakati nemuva ngebala eryezabu
etabudwamu efeza, eriva mu muliro wakati. Era 5
mugwo wakati nemuva ekifananyi ekyebiramu
bina. Nembala yabyo yali bweti; byalina eki-
fananyi ekyomuntu. Era buli kimu kyalina 6
obwenyi buna, era buli kimu kubyo kyalina
ebiwawatiro bina. Nebigere byabyo byali bigere
bigolokofu; ne munda webigere byabyo nga 7
mufanana munda wekigere kyenyana: era nga

8 bitangalija ngebala eryekikomo ekizigule. Era
byalina emikono gyomuntu wansi webiwawatiro
byabyo ku mbirizi zabyo enya : era ebyo ebina
byalina obwenyi bwabyo nebiwawatiro byabyo
9 (bwebiti) ; ebiwawatiro byabyo byagatibwa buli
kiwawatiro ne kinakyo ; tebyakyuka bwebya-
tambula ; byagenda buli kimu nga byesimbye.
10 Ekifananyi kyobwenyi bwabyo, byalina obwenyi
bwomuntu ; era ebyo ebina byalina obwenyi
bwempologoma ku lubirizi olwadyo ; era ebyo
ebina byalina obwenyi bwente ku lubirizi olwa
kono ; ebyo byona byalina nobwenyi bwempungu.
11 Nobwenyi bwabyo nebiwawatiro byabyo byali
nga byawuse wagulu ; (ebiwawatiro) bibiri ebya
buli kimu byagatibwa wamu, nebibiri byasani-
12 kira emibiri gyabyo. Era buli kimu byagenda
nga byesimbye : omwoyo gyegwabanga gugenda,
13 gyebyagenda ; tebyakyuka bwebyagenda. Ekifa-
nanyi kyebiramu ebyo, embala yabyo yali ngebi-
siriza ebyomuliro ebyaka, ngembala eyemimuli ;
yayambukanga nekira wakati mu biramu ebyo :
era omuliro nga gumasamasa ne mu muliro
14 nemuva enjota. Ebiramu nebidukana mbiro
nebikomawo ngekifananyi ekyokumyansa kwe-
15 gulu. Awo bwenali nga ntunulira ebiramu ebyo,
laba, namuziga ku taka ku bali lyebiramu, buli
bwenyi ku bwenyi bwabyo obuna (namuziga)
16 omu. Embala eya banamuziga nomulimu
gwabwe bafanana ebala erya berulo : era abo
abana balina ekifananyi kimu : nembala yabwe
nomulimu gwabwe byali nga namuziga ali wakati
17 wa namuziga. Bwebatambulanga batambuli-
ranga ku mbirizi zabwe enya : tebakyuka bwe-
18 batambula. Obwekulungirivu bwabwe bwali
buwanvu, bwa ntisa ; era abo abana balina obwe-
kulungirivu bwabwe nga bujude amaso enjuwi
19 zona. Era ebiramu bwebyatambulanga, banamu-

ziga batambuliranga ku mabali gabyo : era ebiramu bwebyasitulibwanga okuva ku taka, banamuziga basitulibwanga. Omwoyo buli gyegwa- 20
banga gugenda, gyabagendanga ; eyo omwoyo gyegwabanga gugenda : ne banamuziga basitulibwanga ku mabali gabyo ; kubanga omwoyo ogwekiramu gwali mu banamuziga. Ebyo bwe- 21
byatambulanga, ne bano batambulanga ; era ebyo bwebyaimiriranga, ne bano baimiriranga ; era ebyo bwebyasitulibwanga okuva ku taka, banamuziga basitulibwa ku mabali gabyo : kubanga omwoyo ogwekiramu gwali mu banamuziga. Era 22
wagulu womutwe ogwekiramu waliwo ekifananyi ekyebanga, ngebala erya kulusitalo owentisa, nga kitimbibwa ku mitwe gyabyo wagulu. Era 23
wansi webanga ebiwawatiro byabyo byali bigolokofu, ekimu nga kyolekera kinakyo : buli kimu kyalina bibiri ebyasanikira eruwi, na buli kimu kyalina bibiri ebyasanikira eruwi ku mibiri gyabyo. Era bwebyatambulanga, nempulira 24
okuwuma kwebiwawatiro byabyo ngokuwuma kwama'zi amangi, ngedobozi Lyomuinza webintu byona, okuwuma okwoluyogano ngokuwuma kwegye : bwebyaimiriranga, nebisa ebiwawatiro byabyo. Era waliwo edobozi wagulu webanga 25
eryali wagulu wemitwe gyabyo : bwebyaimiriranga, nebisa ebiwawatiro byabyo. Era wagulu 26
webanga eryali wagulu wemitwe gyabyo kwaliko ekifananyi ekyentebe, ngembala eyejinja eya safiro : ne ku kifananyi ekyentebe kwaliko ekifananyi ngembala eyomuntu kuyo wagulu. Nendaba ngebala eryezabu etabudwamu efeza, 27
ngembala eyomuliro munda muyo enjuwi zona, okuva ku mbala yekiwatokye nokwambuka ; era okuva ku mbala yekiwatokye nokuka, nalaba ngembala eyomuliro, era waliwo okumasamasa okumwetolode. Ngembala eya musoke aba ku 28

kire ku lunaku olwenkuba. bwetyo bweyali embala eyokumasamasa enjuwi zona. Eno ye yali embala eyekifananyi ekyekitibwa kya Mukama. Awo bwenakiraba, nenvunama amaso gange, nempulira edobozi lyoyo eyayogera.

2

1 Nangamba nti Omwana womuntu, imirira
2 nebigerebyo, nange nayogera nawe. Awo omwoyo neguingira munze bweyayogera nange, negunyimiriza nebigere byange; nempulira oyo eyayo-
3 gera nange. Nangamba nti Omwana womuntu, nkutumira abana ba Isiraeri, eri amawanga amajemu, abanjemede: bo ne bajaja babwe bansobyanga okutukira dala ku lunaku olwa lero.
4 Nabana ba kyejo, era ba mitima mikakanyavu; nkutumira abo: era olibagamba nti Bwati bwayo-
5 gera Mukama Katonda. Nabo, obanga banawulira, obanga banalekayo, [kubanga nyumba njemu,] era naye balimanya nga mubo mubademu nabi. Nawe, omwana womuntu, tobatyanga, so totyanga bigambo byabwe, newakubade emyeramanyo namagwa nga biri nawe, era ngobera mu njaba ezobusagwa: totyanga bigambo byabwe, so tokengentererwa olwamaso gabwe,
7 newakubade nga nyumba njemu. Era olibagamba ebigambo byange, obanga banawulira, obanga banalekayo: kubanga bajemu nyo nyini.
8 Naye gwe, omwana womuntu, wulira kyenkugamba; tolanga gwe mujemu ngenyumba eyo enjemu: yasama akamwako olye ekyo kyenkuwa.
9 Awo bwenatunula, laba, omukono negugololwa eri nze; era, laba, omuzingo gwekitabo nga guli
10 omwo; nagwanjululiza mu maso gange; era gwawandikibwa munda ne kungulu: era mwawandikibwamu okuwubala nokukungubaga nobuinike.

3

Awo nangamba nti Omwana womuntu, lya 1
ekyo kyosanga ; lya omuzingo guno, ogende
ogambe enyumba ya Isiraeri. Awo nenjasama 2
akamwa kange nandisa omuzingo. Nangamba 3
nti Omwana womuntu, lisa olubutolwo, ojuze
ebyendabyo omuzingo guno gwenkuwa. Awo
nengulya, neguba mu kamwa kange ngomubisi
gwenjuki okuwomerera.

Awo nangamba nti Omwana womuntu, genda 4
otuke eri enyumba ya Isiraeri, oyogere nabo
ebigambo byange. Kubanga totumidwa eri 5
egwanga eryenjogera gyotomanyi era abolulimi
oluzibu, wabula eri enyumba ya Isiraeri ; si 6
eri amawanga amangi abenjogera gyotomanyi
era abolulimi oluzibu, botoinza kutegera bigambo
byabwe. Mazima singa nkubatumide bo,
bandikuwulide. Naye enyumba ya Isiraeri 7
tebalikuwulira ; kubanga tebalimpulira nze : ku-
banga enyumba yona eya Isiraeri ba kyenyi
kikalubo era ba mutima mukakanyavu. Laba, 8
nkalubi'za amasogo awali amaso gabwe, nekye-
nyikyo nkikalubiza awali ekyenyi kyabwe.
Nfude ekyenyikyo ngalimasi okukaluba oku- 9
singa ejinja eryembalebale : tobatyanga, so to-
kengentererwanga olwamaso gabwe, newakubade
nga nyumba njemu. Era nate nangamba nti 10
Omwana womuntu, ebigambo byange byona bye-
ndikubulira, bikirize mu mutimagwo, owulire
namatugo. Era genda otuke eri abo abobusibe, 11
eri abana ababantubo, oyogere nabo obabulire
nti Bwati bwayogera Mukama Katonda, obanga
banawulira, obanga banalekayo.

Awo omwoyo negunsitula, nempulira enyuma 12
wange edobozi eryokuwulukuka okunene (nga
lyogera nti) Ekitibwa kya Mukama lyebazibwe

13 okuva mu kifokye. Awo (nempulira) okuwuma
kwebiwawatiro byebiramu nga bikomaganako,
nokuwuma kwa banamuziga ku mabali gabyo,
14 okuwuma kwokuwulukuka okunene. Awo omwo-
yo negunsitula neguntwala : nengenda nga ndiko
obuinike nomwoyo gwange nga gubugumye,
omukono gwa Mukama neguba gwa manyi kunze.
15 Awo nendyoka njija eri abobusibe Eterabibu,
ababera ku muga Kebala, ne mu kifo mwebabera ; nentula awo mubo nga nsamaliride nemala
enaku musanvu.
16 Awo olwatuka enaku musanvu bwezaitawo,
ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera
17 nti Omwana womuntu, nkufude omukumi eri
enyumba ya Isiraeri : kale wulira ekigambo
ekyomukamwa kange, obawe okulabula okuva
18 gyendi. Bwengamba omubi nti Tolirema kufa ;
nawe notomulabula so toyogera okulabula omubi
okuva mu kubolye ebi okuwonya obulamubwe :
omubi oyo alifira mu butali butukirivubwe ; naye
19 omusaigwe ndiguvunana mu mukonogwo. Era
naye bwolabula omubi, natakyuka okuleka obubibwe newakubade okuva mu kubolye ebi, alifira
mu butali butukirivubwe ; naye gwe ngo-
20 wonyeza ememeyo. Nate omuntu omutukirivu
bwakyuka okuleka obutukirivubwe, nakola obutali butukirivu, nange nenteka enkonge mu
masoge, alifa : kubanga tomulabude, alifira mu
kibikye, nebikolwabye ebitukirivu byeyakola
tebirijukirwa ; naye omusaigwe ndiguvunana mu
21 mukonogwo. Era naye bwolabula omuntu omutukirivu, omutukirivu aleme okukola ekibi nakola kibi, mazima aliba mulamu, kubanga alabuse ; nawe ngowonyeza ememeyo.
22 Awo omukono gwa Mukama neguba kunze
eyo ; nangamba nti Golokoka ofulume ogende
23 mu lusenyi, nange ndyogerera nawe eyo. Awo

nengolokoka nenfuluma nengenda mu lusenyi : awo, laba, ekitibwa kya Mukama nga kiimiride eyo, ngekitibwa bwekyali kyenalaba ku lubalama lwomuga Kebala : nenvunama amaso gange. Awo 24 omwoyo neguingira munze negunyimiriza nebigere byange, nayogera nange nangamba nti Genda wegalire mu nyumbayo. Naye gwe, omwana 25 womuntu, laba, balikusako enjegere, nebakusiba nazo, so tolifuluma mubo : era ndyegasa oluli- 26 mirwo nekibunokyo, obere kasiru era oleme okubera gyebali anenya : kubanga nyumba njemu. Naye bwenjogera nawe, ndyasamya akamwako, 27 nawe olibagamba nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Awulira awulire ; noyo alekayo alekeyo ; kubanga nyumba njemu.

4

Era, omwana womuntu, wedirire etofali oliteke 1 mu masogo, oliwandikeko ekibuga, Yerusalemi : okizingize, okizimbireko ebigo, okitumireko eki- 2 funvu ; era tekawo ensisira okukirumba, okisimbeko ebitomera enjuwi zona. Era wedirire 3 ekikalango ekyekyuma okitekewo okuba bugwe owekyuma wakatiwo nekibuga : okiseko amasogo, awo kirizingizibwa, nawe olikizingiza. Ako kaliba kabonero eri enyumba ya Isiraeri.

Era nate galamiririra ku lubirizirwo olwa kono, 4 olutekeko obutali butukirivu bwenyumba ya Isiraeri : ngomuwendo gwenaku bweguliba zoligalamiririra kulwo, bwolyetika obutali butukirivu bwabwe. Kubanga ntadewo emyaka egyobutali 5 butukirivu bwabwe okuba gyoli omuwendo gwenaku, enaku ebikumi bisatu mu kyenda : bwotyo bwolyetika obutali butukirivu obwenyumba ya Isiraeri. Era nate bwoliba ngomaze 6 ezo, oligalamiririra ku lubirizirwo olwadyo, olyetika obutali butukirivu obwenyumba ya

Yuda: enaku amakumi ana, buli lunaku mwaka,
7 bwenabutekerawo gyoli. Era ose amasogo eri
okuzingizibwa Kweyerusalemi, omukonogwo nga
8 gubikudwako; era olikiragulirako. Era, laba,
nkutekako enjegere, so tokyukanga (okugalamiriri-
ra) ku lubirizi olulala, okutusa lwolimala
9 enaku ezokuzingizakwo. Era weiwalire engano
ne sairi nebijanjalo ne kawo nomuwemba nobulo,
obiteke mu kintu ekimu, wegoyere omugati
nabyo; ngomuwendo gwenaku zoligalamiriri-
ra ku lubirizirwo, enaku ebikumi bisatu mu kyenda,
10 bwonolirangako bwotyo. Nemereyo gyonolyanga
enepimibwanga, sekeri amakumi abiri buli
11 lunaku: onogiriranga mu ntuko zayo. Era
ononywanga amazi agagerebwa; ekitundu ekya
ini ekyomukaga: ononyweranga mu ntuko zago.
12 Era onogiriranga nga migati gya sairi, era
onogigyokeranga namazi agava mu bantu, bo nga
13 balaba. Awo Mukama nayogera nti Era bwebatyo
nabana ba Isiraeri banalyanga emere yabwe nga
14 si nongofu mu mawanga gyendibagobera. Awo
nenjogera nti Wowe, Mukama Katonda! laba
ememe yange teyononebwanga: kubanga okuva
ku buto bwange na buli kati siryanga kwekyo
ekifa kyoka newakubade ekitagudwa ensolo; so
nenyama eyomuzizo teingiranga mu kamwa kange.
15 Awo nalyoka angamba nti Laba, nkuwade obusa
bwente mu kifo kyamazi agabantu, era onolongo-
16 serezanga okwo omugatigwo. Era nate nangamba
nti Omwana womuntu, laba, ndimenya omugo
ogwomugati mu Yerusalemi: awo banalyanga
omugati nga bagupima era nga beralikirira; era
bananywanga ama'zi nga bagagera era nga ba-
17 samalirira: babulwe omugati nama'zi, era ba-
samaliriragane, nebayongoberera mu butali butu-
kirivu bwabwe.

5

NAWE, omwana womuntu, dira ekitala ekyobwogi, okyedirire ngakamwano akomumwi, okiise ku mutwegwo ne ku kirevukyo : awo notwala eminzani okupima, oyawule mu nviri. Ekitundu ekyokusatu okyokeranga mu muliro wakati mu kibuga, enaku ezokuzingiza nga zitukiride ; nekitundu ekyokusatu okidiranga, notema nekitala okukyetolola ; nekitundu ekyokusatu okisasanyizanga eri empewo, nange ndisowola ekitala ekiribagoberera. Era otwalangako omuwendo gwazo si nyingi nozisiba mu kirengekyo. Era ne kwezo otwalangako, ozisule mu muliro wakati, ozokere mu muliro ; muzo omuliro mweguliva ogulibuna enyumba yona eya Isiraeri.

Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kino kye Yerusalemi : nkitade wakati mu mawanga, nensi zikyetolode. Era kyajemera emisango gyange nga kikola obubi okusinga amawanga, era (kijemede) amateka gange okusinga ensi ezikyetolode : kubanga baganyi emisango gyange, namateka gange tebagatambulidemu. Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Kubanga muli ba mawale okukira amawanga agabetolode, so temutambulide mu mateka gange, so temukute misango gyange, so temukoze ngebiragiro bwebiri ebyamawanga agabetolode ; Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Laba, nze, nze mwene, ndi mulabewo ; era nditukiriza emisango wakati mugwe amawanga nga galaba. Era ndikolera mugwe ekyo kyesikolanga, era kyesigenda kukola nate ekiri bwekityo, olwemizizogyo gyona. Bakitabwe kyebaliva balira abana wakati mugwe, nabana balirya bakitabwe : era nditukiririza emisango mugwe, nekitundukyo kyona ekifisewo

11 ndikisasanyiza eri empewo zona. Kale, nga
bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda,
kubanga wayonona awatukuvu wange nebibyo
byona ebyebive nebibyo byona ebyemizizo, nange
kyendiva nkukendeza; so namaso gange tega-
12 lisonyiwa so nange sirikwatibwa kisa. Eki-
tundukyo ekyokusatu kirifa kawumpuli, era
balimalibwawo nenjala wakati mugwe; neki-
tundu ekyokusatu kirigwa nekitala okukwe-
tolola; nekitundu ekyokusatu ndikisasanyiza eri
empewo zona, nensowola ekitala ekiribagoberera.
13 Obusungu bwange bwebulitukirira bwebutyo,
era ndikusa ekiruwi kyange kubo, awo ndi-
sanyusibwa: awo balimanya nga nze Mukama
njogede olwobunyikivu bwange, bwendimala
14 okutukiririza kubo ekiruwi kyange. Era nate
ndikufula amatongo nekivume mu mawanga gona
agakwetolode, abo bona abaitawo nga balaba.
15 Awo kiriba kivume nekikino, ekiigirwako era
ekisamalirirwa eri amawanga agakwetolode,
bwenditukiririza emisango mugwe nga ndiko
obusungu nekiruwi, era nga nenya nekiruwi:
16 nze Mukama nkyogede: bwendibawerezako
obusale obubi obwenjala obwokuzikiriza, bwendi-
wereza okubazikiriza: era ndyongera kumwe
enjala, era ndimenya omugo gwamwe ogwomu-
17 gati; era ndibawerezako enjala nensolo embi, era
zirikufirisa; era kawumpuli nomusai biriita
mugwe; era ndikuletako ekitala: nze Mukama
nkyogede.

6

1 Era ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
2 kyogera nti Omwana womuntu, ose amasogo
3 eri ensozi za Isiraeri, oziragule, oyogere nti Mwe
ensozi za Isiraeri, muwulire ekigambo kya
Mukama Katonda: bwati Mukama Katonda

bwagamba ensozi na busozi, emiga nebiwonvu, nti Laba, nze, nze mwene, ndibaletako ekitala, era ndizikiriza ebifo byamwe ebigulumivu. Nebyoto 4
byamwe birirekebwawo, nebifananyi byamwe ebyenjuba birimenyeka: era ndisula abasaja bamwe abatibwa mu maso gebifananyi byamwe. Era ndigalamiza emirambo gyabana ba Isiraeri 5
mu maso gebifananyi byabwe, era ndisasanya amagumba gamwe okwetolola ebyoto byamwe. Mu bifo byona mwemubera ebibuga birizisibwa, 6
nebifo ebigulumivu birirekebwawo: ebyoto byamwe bizisibwe era birekebwewo, nebifananyi byamwe bimenyeke bigwewo, nebifananyi byamwe ebyenjuba bitemerwe dala, nemirimu gyamwe gigyibwewo. Awo abatibwa baligwa 7
wakati mumwe, era mulimanya nga nze ndi Mukama. Era naye ndireka ekitundu ekifisewo, 8
kubanga muliba nabamu abaliwona ekitala mu mawanga, bwemulisasanyizibwa munsi (nyingi). Awo abo abaliwona kumwe balinjijukira nga 9
baima mu mawanga gyebalitwalibwa nga basibe, bwenamenyeka olwomutima gwabwe omwenzi, oguvude kunze, nolwamaso gabwe agagenda nga gayenda okugoberera ebifananyi byabwe: awo balyetamwa mu maso gabwe bo olwobubi bwebakola mu mizizo gyabwe gyona. Era balimanya 10
nga nze Mukama: sayogerera bwerere nga ndibakola obubi buno.

Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kuba 11
nomukonogwo, era samba nekigerekyo, oyogere nti Wowe! olwemizizo gyona emibi egyenyumba ya Isiraeri: kubanga baligwa nekitala nenjala ne kawumpuli. Ali ewala alifa kawumpuli; noyo 12
ali okumpi aligwa nekitala; noyo asigala nazingizibwa alifa enjala: bwentyo bwenditukiriza ekiruwi kyange kubo. Namwe mulimanya 13
nga nze ndi Mukama, abasaja babwe abatidwa

bwebaliba mu bifananyi byabwe okwetolola ebvoto byabwe, ku buli lusozi oluwanvu, ku ntiko zona ezensozi ne wansi wa buli muti ogwera ne wansi wa buli mwera omuziivu, ekifo mwebawerangayo evumbe edungi eri ebifananyi
14 byabwe byona. Nange ndibagololerako omukono gwange nendekesawo ensi nengizisa, okuva ku lukola Edibula, okubuna enyumba zabwe zona: awo balimanya nga nze ndi Mukama.

7

1 Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira
2 nga kyogera nti Nawe, omwana womuntu, bwati Mukama Katonda bwagamba ensi ya Isiraeri nti Enkomerero: enkomerero ye nyini etuse ku
3 nsonda enya ezensi. Kakano enkomerero ekutuseko, nange ndikuwerezako obusungu bwange, era ndikusalira omusango ngamakubogo bwegali;
4 era ndikuletako emizizogyo gyona. So neriso lyange teririkusonyiwa so sirikwatibwa kisa: naye ndikuletako amakubogo, nemizizogyo giriba mugwe wakati: awo mulimanya nga nze Mukama.
5 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Akabi,
6 akabi kamu: laba, kaja. Enkomerero etuse, enkomerero ye nyini etuse, ezukuka eri gwe;
7 laba, eja. Omusangogwo gutuse gyoli, ai gwatula munsi: ekisera kituse, olunaku luli kumpi; (olunaku) olwokusasamaliramu so si lwa kwogere-
8 rereramu wagulu nesanyu, ku nsozi. Kakano natera okufukira dala ekiruwi kyange kugwe, nentukiriza obusungu bwange eri gwe, nenkusalira omusango ngamakubogo bwegali; era
9 ndikuletako emizizogyo gyona. So neriso lyange teririsonyiwa so sirikwatibwa kisa: ndikuletako ngamakubogo bwegali, nemizizogyo giriba mugwe wakati; awo mulimanya nga nze Mukama nkuba.

Laba, olunaku, laba, luja : omusanogogwo gufu- 10
lumye ; omugo gwanyi'za, amalala gamulisi'za.
Ekyejo kigolokose okuba omugo ogwobubi ; 11
tewaliba kubo (abalisigala), newakubade olufulube lwabwe newakubade obugaga bwabwe : so
tewaliba bukulu mubo. Ekisera kituse, olunaku 12
lusembede kumpi : agula aleme okusanyuka, so
natunda aleme okunakuwala : kubanga obusungu
buli ku lufulube lwabwe lwona. Kubanga 13
atunda talida eri ekyo ekitundibwa, newakubade
nga bakyali balamu : kubanga okwolesebwa kwa
lufulube lwabwe lwona, tewaliba alida ; so tewaliba alyenyuweza mu butali butukirivu obwobulamubwe. Bafuye ekondere, bategese byona ; 14
naye tewali agenda mu lutalo : kubanga obusungu
bwange buli ku lufulube lwabwe lwona. Ekitala 15
kiri bweru, ne kawumpuli nenjala (biri) munda :
ali mu nimiro alifa nekitala ; noyo ali mu kibuga
enjala ne kawumpuli birimulya. Naye abo 16
abaliwona kubo baliwona, era baliba ku nsozi nga
bukamukukulu obwomubiwonvu, bona nga bawubala, buli muntu mu butali butukirivubwe.
Emikono gyona giriyongobera, namavivi gona 17
galiba manafu ngama'zi. Era balyesiba ebibu- 18
kutu, nensisi eribabikako ; nensonyi ziribera ku
maso gona, nemitwe gyabwe gyona giribako
ebiwalata. Balisula efeza yabwe mu ngudo, ne 19
zabu yabwe eriba ngekintu ekitali kirongofu ;
efeza yabwe nezabu yabwe tebiriinza kubawonyeza ku lunaku olwobusungu bwa Mukama ;
tabalye'kusa meme zabwe, so tebalyejuza mbuto
zabwe : kubanga ebyo bye byabanga enkonge
eyobutali butukirivu bwabwe. Obulungi obwo- 20
buyonjobwe yabusimba mu bukulu : naye nebakola ebifananyi ebyemizizo gyabwe nebintu
byabwe ebyebive omwo : kyenvude mbufula
gyebali ngekintu ekitali kirongofu. Era ndibu- 21

wayo mu mikono gyabanagwanga okuba omunyago, neri ababi abomunsi okuba ekyokugereka;
22 era balibwonona. Era ndikyusa namaso gange okubagyako, era bo balyonona (ekifo) kyange ekyekyama: era abanyazi balikiingiramu neba-
23 kyonona. Kola olujegere: kubanga ensi ejude emisango egyomusai, era ekibuga kijude ekyejo.
24 Kyendiva ndeta banagwanga abasinga obubi, nebalya enyumba zabwe: era ndikomya amalala agabamanyi; nebifo byabwe ebitukuvu biryo-
25 nonebwa. Okuzikirira kuja; era balinonya emi-
26 rembe, awo nga tewali. Walija akabi ku kabi, era waliwulirwa ebigambo ku bigambo; era balinonya okwolesebwa eri nabi; naye amateka galibula awali kabona, nokutesa awali abakade.
27 Kabaka aliwubala, nomukungu alyambala obuinike, nemikono gyabantu abomunsi giryeralikirira: ndibakola ngekubo lyabwe bweriri, era nga bwebasanide bwendibasalira omusango; awo balimanya nga nze Mukama.

8

1 Awo olwatuka mu mwaka ogwomukaga mu (mwezi) ogwomukaga ku (lunaku) olwokutano olwomwezi, bwenali nga ntude mu nyumba yange nabakade ba Yuda nga batude mu maso gange, omukono gwa Mukama Katonda negugwira eyo
2 kunze. Awo nentunula, era, laba, ekifananyi (ekyali) ngembala eyomuliro; okuva ku mbala eyekiwatokye ne wansi, muliro: nokuva ku kiwatokye nokwambuka, ngembala eyokumasa-
3 masa, ngebala lya zabu etabudwamu efeza. Awo nagolola ekyali ngomukono nankwata ku muvumbo gwenviri ezokumutwe gwange; omwoyo negunsitula wakati wensi negulu neguntwala Eyerusalemi mu kwolesebwa kwa Katonda, eri olugi olwomuzigo (ogwolugya) olwomunda, ogu-

unulira ebukika obwa kono ; awali entebe eye-
kifananyi ekyobugya ekireta obugya. Awo, laba, 4
ekitibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali eyo
gembala bweyali gyenalabira mu lusenyi. Awo 5
nangamba nti Omwana womuntu, imusa amasogo
akano eri ekubo erigenda ebukika obwa kono.
Awo nenyimusa amaso gange eri ekubo erigenda
bukika obwa kono, awo, laba, ekifananyi kino
kyobugya nga kiri mu muzigo ku luwi olwebu-
kika obwa kono olwomuzigo ogwekyoto. Awo 6
nangamba nti Omwana womuntu, olaba kyeba-
kola? (olaba) emizizo emikulu enyumba ya
Isiraeri gyebakolera wano, ndyoke nesambe wala
watukuvu wange? naye onolaba nate nemizizo
mirala emikulu. Awo nandeta ku lugi olwo- 7
agya ; awo bwenatunula, laba, ekituli (nga kiri)
mu kisenge. Awo nangamba nti Omwana 8
womuntu, sima no mu kisenge : awo bwenamala
kusima mu kisenge, laba, olugi. Nangamba nti 9
ngira olabe emizizo egyobubi gyebakolera wano.
Awo nenyingira nendaba ; era, laba, buli ngeri 10
yebyewalula nensolo ezemizizo nebifananyi byo-
a ebyenyumba ya Isiraeri nga bitonedwa ku
kisenge enjuwi zona. Era nga waimiride mu 11
naso gabyo abasaja nsanvu ku bakade abomu-
yumba ya Isiraeri, ne wakati mubo nga
nimiride Yaazaniya mutabani wa Safani, buli
nuntu ngakute ekyoterezokye mu mukonogwe ;
kalosa akekire ekyobubane nekanyoka. Awo 12
nangamba nti Omwana womuntu, olabye abakade
bomunyumba ya Isiraeri kyebakolera mu kizi-
kiza, buli muntu mu bisengebye ebirimu ebi-
fananyi? kubanga bogera nti Mukama tatulaba ;
Mukama yaleka ensi. Era nangamba nti Era 13
nolaba nate nemizizo emirala emikulu gyeba-
kola. Awo nandeta eri olugi olwomuzigo ogwe- 14
yumba ya Mukama ogwayolekera ebukika obwa

kono; awo, laba, abakazi nga batude eyo nga
15 bakabira Tamuzi. Awo nangamba nti Olabye, omwana womuntu? era onolaba nate emizizo
16 egisinga gino obukulu. Awo nandeta mu lugya olwomunda olwenyumba ya Mukama, awo, laba, ku lugi olweyekalu ya Mukama wakati wekisasi nekyoto nga waliwo abasaja ngamakumi abiri mu batano, abakubye enkona eyekalu ya Mukama namaso gabwe nga gatunulira ebuvanjuba; era nga basinza enjuba nga batunulira ebuvanjuba.
17 Awo nangamba nti Olabye, omwana womuntu? kigambo kyangu eri enyumba ya Yuda nga bakola emizizo gyebakolera wano? kubanga bajuziza ensi ekyejo, era bakyuse nate okunsunguwaza:
18 era, laba, basembeza etabi ku nyindo yabwe. Era nange kyendiva nkola nekiruwi: eriso lyange teririsonyiwa so sirikwatibwa kisa: era newakubade nga bakaba nedobozi dene mu matu gange, siribawulira.

9

1 Awo nayogerera wagulu nedobozi dene mu matu gange ngayogera nti Sembeza abo abakulira ekibuga, buli muntu ngakute ekyokulwanyi-
2 sakye ekizikiriza mu mukonogwe. Awo, laba, abasaja mukaga nebaja nga bafuluma mu kubo eryomuzigo ogwengulu ogwolekera ebukika obwa kono, buli muntu ngakute ekyokulwanyisakye ekita mu mukonogwe; nomusaja omu wakati mubo ayambade bafuta ngalina ekikompe kya buino ekyomuwandisi mu kiwato. Nebaingira
3 nebaimirira ku bali lyekyoto ekyekikomo. Awo ekitibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali kirinye okuva ku kerubi kwekyali okutuka ku mulyango ogwenyumba: naita omusaja ayambade bafuta eyalina ekikompe kya buino ekyomuwandisi mu
4 kiwato. Awo Mukama namugamba nti Genda

oite wakati mu kibuga, wakati mu Yerusalemi, oteke akabonero ku byenyi byabantu abasa ebikowe era abakabira emizizo gyona egikolerwa wakati mukyo. Nabalala nabagamba nze nga mpulira nti Mwe muite mu kibuga nga mumuvako enyuma mufumite: eriso lyamwe lireme okusonyiwa so temubanga na kisa: mutire dala omukade nomulenzi nomuwala nabana abato nabakazi: naye temusembereranga muntu yena aliko akabonero; era musokere ku watukuvu wange. Awo nebasokera ku bakade abali mu maso genyumba. Nabagamba nti Enyumba mugyonone, mujuze empya abatibwa: mufulume. Awo nebafuluma nebafumitira mu kibuga. Awo olwatuka bwebali nga bafumita nange nga nsigadewo, nenvunama amaso gange nenkaba nenjogera nti Wowe, Mukama Katonda! onozikiriza Isiraeri yena afisewo, ngofukira dala ekiruwikyo ku Yerusalemi? Awo nangamba nti Obutali butukirivu bwenyumba ya Isiraeri ne Yuda bungi nyo nyini, nensi ejude omusai, nekibuga kijude okulya ensonga: kubanga bogera nti Mukama yaleka ensi, so Mukama talaba. Era nange eriso lyange teririsonyiwa so sirisasira, naye ndireta ekubo lyabwe ku mutwe gwabwe. Awo, laba, omusaja ayambade bafuta eyalina ekikompe ekya buino mu kiwato na'za ebigambo ngayogera nti Nkoze nga bwondagide.

10

Awo nentunula, era, laba, mu banga eryali wagulu womutwe gwa bakerubi newalabika wagulu wabwe ngejinja erya safiro ngembala eyekifananyi ekyentebe. Nagamba omusaja ayambade bafuta nayogera nti Ingira wakati wa (banamuziga) abetolola abawulukuka, wansi wa kerubi, ojuze ebibatubyo byombi ebisiriza ebyo-

muliro ebiva wakati wa bakerubi, obimansire ku
3 kibuga. Awo naingira nze nga ndaba. Era
bakerubi bali baimiride ku luwi olwenyumba
olwadyo omusaja bweyaingira; ekire nekijuza
4 olugya olwomunda. Ekitibwa kya Mukama
nekirinya okuva ku kerubi, (nekiimirira) wagulu
ku mulyango ogwenyumba; enyumba nejula
ekire, olugya nerujula okumasamasa okwekitibwa
5 kya Mukama. Nokuwuma kwebiwawatiro bya
kerubi nekuwulirwa okutuka ne mu lugya olwe-
bweru, ngedobozi lya Katonda Omuinza webintu
6 byona bwayogera. Awo olwatuka bweyalagira
omusaja ayambade bafuta ngayogera nti Gya
omuliro wakati wa (banamuziga) abetolola aba-
wulukuka wakati wa bakerubi, naingira naimi-
7 rira ku bali lya namuziga. Awo kerubi nagolola
omukonogwe ngaima wakati wa bakerubi eri
omuliro ogwali wakati wa bakerubi natwalako,
naguteka mu mikono gyoyo ayambade bafuta,
8 oyo nagutola nafuluma. Awo newalabika mu
bakerubi embala eyomukono gwomuntu wansi
9 webiwawatiro byabwe. Awo nentunula, era, laba,
banamuziga bana nga bali ku mabali ga bakerubi,
namuziga omu ngali ku mabali ga kerubi
omu, ne namuziga omulala ngali ku mabali ga
kerubi omulala: nembala eya banamuziga yali
10 ngebala eryejinja erya berulo. Nembala yabwe,
abo abana balina ekifananyi kimu, kwenkana
11 namuziga ngali munda wa namuziga. Bwe-
batambulanga, nebatambulira ku mbirizi za-
bwe enya: tebakyuka bwebatambula, naye mu
kifo omutwe gyegwatunulanga, nebagugoberera;
12 tebakyuka bwebatambula. Nomubiri gwabwe
gwona namabega gabwe nemikono gyabwe nebi-
wawatiro byabwe ne banamuziga byali bijude
amaso enjuwi zona, banamuziga abo abana beba-
13 lina. Banamuziga, babaita nze nga mpulira

(banamuziga) abetololo abawalukuka. Era buli 14
omu yalina obwenyi buna: obwenyi obwoluberyeberye bwali bwenyi bwa kerubi, nobwenyi obwokubiri bwali bwenyi bwa muntu, nobwenyi obwokusatu bwenyi bwa mpologoma, nobwokusatu bwenyi bwa mpungu. Era bakerubi balinya 15
wagulu: ekyo kye kiramu kyenalabira ku bali lyomuga Kebala. Era bakerubi bwebatambu- 16
langa, banamuziga nebatambulira ku mabali gabwe: era bakerubi bwebaimusanga ebiwawatiro byabwe okulinya okuva ku taka, so nebanamuziga tebakyukanga okuva ku mabali gabwe. Abo bwebaimiriranga, ne bano nebaimirira; era 17
bo bwebalinyanga wagulu, ne bano nebalinyira wamu nabo: kubanga omwoyo gwekiramu gwali mubo. Awo ekitibwa kya Mukama nekifuluma 18
okuva wagulu ku mulyango gwenyumba nekiimirira wagulu wa bakerubi. Era bakerubi baimusa 19
ebiwawatiro byabwe nebalinya okuva ku taka nze nga ndaba bwebafuluma, ne banamuziga ku mabali gabwe: era baimirira ku lugi olwomuzigo ogwebuvanjuba ogwenyumba ya Mukama; era ekitibwa kya Katonda wa Isiraeri kwali kubo wagulu. Ekyo kye kiramu kyena- 20
laba wansi wa Katonda wa Isiraeri ku bali lyomuga Kebala; nemanya nga be bakerubi. Buli 21
omu yalina obwenyi buna kinomu, era buli omu ebiwawatiro bina; nekifananyi ekyemikono gyomuntu kyali wansi webiwawatiro byabwe. Era 22
ekifananyi ekyobwenyi bwabwe, bwe bwali obwenyi bwenalabira ku bali lyomuga Kebala, embala zabwe nabo be nyini; bona batambulanga nga besimba.

11

Era nate omwoyo negunsitula neguntwala eri 1

omuzigo ogwebuvanjuba ogwenyumba ya Mukama
ogutunulira ebuvanjuba : awo, laba, ku lugi olwo-
mumuzigo nga kuliko abasaja amakumi abiri mu
batano ; nendaba wakati mubo Yaazaniya
mutabani wa Azula ne Peratiya mutabani wa
2 Benaya, abakungu abomubantu. Nangamba nti
Omwana womuntu, bano be basaja abagunja obu-
tali butukirivu, era abawa okutesa okubi mu
3 kibuga kino : abogera nti (Ekisera) tekiri kumpi
okuzimba enyumba : (ekibuga) kino ye ntamu,
4 nafe nyama. Kale obalagulireko, lagula, ai
5 omwana womuntu. Awo omwoyo gwa Mukama
negungwako, nangamba nti Yogera nti Bwati
bwayogera Mukama nti Bwemutyo bwemwogede,
ai enyumba ya Isiraeri ; kubanga manyi ebi-
6 gambo ebiingira mu mwoyo gwamwe. Mwa-
zi'za abamwe abatibwa mu kibuga kino, era
7 mujuziza engudo zakyo abo abatibwa. Mukama
Katonda kyava ayogera bwati nti Abamwe aba-
tibwa bemutade wakati mukyo, abo ye nyama,
(nekibuga) ye ntamu : naye mwe muligyibwa
8 wakati mukyo. Mutide ekitala ; nange ndiba-
9 letako ekitala, bwayogera Mukama Katonda. Era
ndibagya wakati mukyo, nembawayo mu mikono
gyabanagwanga, era nditukiriza mumwe emi-
10 sango. Muligwa nekitala ; ndibasalira omusango
mu nsalo ya Isiraeri ; awo mulimanya nga nze
11 Mukama. (Ekibuga) kino sikye kiriba entamu
yamwe, so namwe simwe muliba enyama wakati
mukyo ; ndibasalira omusango mu nsalo ya Isi-
12 raeri ; awo mulimanya nga nze Mukama : kubanga
temutambulide mu mateka gange, so temutukiri'za
misango gyange, naye mukoze ngebiragiro bwe-
13 biri ebyamawanga agabetolode. Awo olwatuka
bwenalagula, Peratiya mutabani wa Benaya nafa.
Awo nenvunama amaso gange wansi, nenkaba
nedobozi dene nenjogera nti Wowe, Mukama

Katonda! onomalirawo dala ekitundu kya Isiraeri ekifisewo?

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 14
kyogera nti Omwana womuntu, bagandabo, we- 15
wawo, bagandabo, abasaja abekika kyamwe, nenyumba yona eya Isiraeri, bona, be (babo) abagambidwa abo abali mu Yerusalemi nti Mumwesambe wala Mukama: fe ensi eno etuweredwa okuba obutaka: kale yogera nti Bwati bwayo- 16
gera Mukama Katonda nti Kubanga nabajulula nembatwala wala mu mawanga, era kubanga mbasasanyi'za munsi (nyingi), era naye ndiba gyebali ekifo ekitukuvu ekisera ekitono munsi gyebatuse. Kale yogera 17
nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ndibakunganya okubagya mu mawanga, nembayola okubagya munsi mwemwasasanyizibwa, era ndibawa ensi ya Isiraeri. Awo balijayo, neba- 18
gyawo ebintu byayo byona ebyebive nemizizo gyayo gyona nebagimalayo. Era ndibawa omutima 19
gumu, era nditeka omwoyo omugya mumwe; era ndigya omutima ogwejinja mu mutima gwabwe, nembawa omutima ogwenyama: balyoke bata- 20
mbulirenga mu mateka gange nebakwata ebyo byenasawo nebabikola: era baliba bantu bange, nange ndiba Katonda wabwe. Naye abo, 21
omutima gwabwe gutambula okugoberera omutima ogwebintu byabwe ebyebive nemizizo gyabwe, ndireta ekubo lyabwe ku mitwe gyabwe bo, bwayogera Mukama Katonda. Awo 22
bakerubi nebalyoka baimusa ebiwawatiro byabyo, ne banamuziga nga bali ku mabali gabwe; nekitibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali kubo wagulu. Nekitibwa kya Mukama nekirinya 23
okuva wakati mu kibuga, nekiimirira ku lusozi oluli ku luwi lwekibuga olwebuvanjuba. Omwoyo 24
negunsitula neguntwalira mu kwolesebwa olwo-

mwoyo gwa Katonda Ebukalidaya eri abobusibe. Awo okwolesebwa kwenali ndabye nekulinya
25 okunvako. Awo nenjogera nabobusibe ebigambo byona Mukama byeyali andaze.

12

1 Era ekigambo kya Mukama kyanjijira nga kyo-
2 gera nti Omwana womuntu, obera wakati mu nyumba eyo enjemu abalina amaso agokulaba so tebalaba, abalina amatu agokuwulira so teba-
3 wulira; kubanga nyumba njemu. Kale, gwe omwana womuntu, wetegekere ebintu ebyobuwanganguse, ositule okuwanganguka misana bo nga balaba; era oliwanganguka mu kifokyo noda mu kifo ekirala bo nga balaba: mpozi bali-
4 rowoza, newakubade nga nyumba njemu. Era oligyamu ebintu misana bo nga balaba, ngebintu ebyobuwanganguse: era olivamu weka akawungezi bo nga balaba, ngabantu bwebavamu
5 abagobebwa ewabwe. Sima ekisenge bo nga
6 balaba, oisemu (ebintu). Bisitulire ku kibegabegakyo bo nga balaba, nobifulumya ekizikiza nga kikute; olibika ku masogo oleme okulaba etaka: kubanga nkutadewo okuba akabonero eri
7 enyumba ya Isiraeri. Awo nenkola bwentyo nga bwenalagirwa: nagyamu ebintu byange emisana ngebintu ebyobuwanganguse, akawungezi nensima ekisenge nomukono gwange; nembigyamu ekizikiza nga kikute, nembisitulira ku
8 kibegabega kyange bo nga balaba. Awo enkya ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera
9 nti Omwana womuntu, enyumba ya Isiraeri, enyumba enjemu, tebakugambye nti Okola ki?
10 Bagambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Omugugu guno gwa mulangira wa mu Yerusalemi nenyumba yona eya Isiraeri bebalimu.
11 Yogera nti Nze ndi kabonero kamwe: nga

bwenkoze, bwebatyo bwebalikolwa: bali- 12
gobebwa ewabwe okugenda mu busibe. Nomulangira ali mubo alisitulira ku kibegabegakye ekizikiza nga kikute nafuluma; balisima mu kisenge okuisamu (ebintu) okubifulumya: alibika ku masoge, kubanga taliraba taka namasoge. Era 13
ndimusulako ekitimba kyange, era alitegebwa mu kyambika kyange: era ndimutwala Ebaluloni mun-i Eyabakalidaya: era naye talikiraba, newakubade ngalifira eyo. Era ndisasanyiza eri 14
empewo zona abo bona abamwetolode okumubera nebibinabye byona; era ndisowola ekitala ekiribagoberera. Awo balimanya nga nze Mukama, 15
bwendibasasanyiza mu mawanga nembatataganyiza munsi (nyingi). Naye ndireka kubo abasaja 16
batono abaliwona ekitala nenjala ne kawumpuli; balyoke babulire emizizo gyabwe gyona mu mawanga gyebalituka; awo balimanya nga nze Mukama.

Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira 17
nga kyogera nti Omwana womuntu, lya emereyo 18
ngokankana, onywe ama'zi ngojugumira era nga weralikirira; ogambe abantu abomunsi, nti Bwati 19
bwayogera Mukama Katonda kwabo abali mu Yerusalemi nensi ya Isiraeri nti Balirya emere yabwe nga beralikirira, era balinywa ama'zi gabwe nga basamalirira, ensi yakyo erekebwewo byona ebirimu olwekyejo kyabo bona abatulamu. Nebibuga ebiberwamu birizisibwa, nensi eriba 20
matongo; awo mulimanya nga nze Mukama.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 21
kyogera nti Omwana womuntu, lugero ki luno 22
lwemulina munsi ya Isiraeri, nga mwogera nti Enaku ziitirira, era buli kwolesebwa kubula? Kale bagambe nti Bwati bwayogera Mukama 23
Katonda nti Ndikomya olugero olwo, so tebalirugera nate mu Isiraeri okuba olugero; naye

bagambe nti Enaku zinatera okutuka, nokutu-
24 kiriza buli kwolesebwa. Kubanga tewalibawo
nate kwolesebwa okwobwerere newakubade obu-
laguzi obunyumiriza mu nyumba ya Isiraeri.
25 Kubanga nze Mukama; ndyogera nekigambo
kyendyogera kiritukirizibwa; tekiririrabirirwa
nate; kubanga mu naku zamwe, ai enyumba
enjemu, mwendyogerera ekigambo, era ndikitu-
kiriza, bwayogera Mukama Katonda.
26 Nate ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
27 kyogera nti Omwana womuntu, laba, abomu-
nyumba ya Isiraeri bogera nti Okwolesebwa kwa-
laba kwa mu naku nyingi ezitanaja, era alagula
28 ebyebiro ebikyali ewala. Kale bagambe nti
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Tewaliba
ku bigambo byange ebirirabirirwa nate, naye
ekigambo kyendyogera kiritukirizibwa, bwayo-
gera Mukama Katonda.

13

1 Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
2 kyogera nti Omwana womuntu, laguli ra ku
banabi ba Isiraeri abalagula, nobagamba abo
abalagula ebiva mu mutima gwabwe bo, nti
3 Muwulire ekigambo kya Mukama; bwati bwayo-
gera Mukama Katonda nti Zibasanze banabi
abasirusiru abagoberera omwoyo gwabwe bo,
4 songa tebaliko kyebalabye! Ai Isiraeri, banabibo
5 babanga ngebibe mu bifo ebyalekebwawo. Temwa-
mbukanga mu bituli ebyawagulwa, so temu-
dabiririzanga nyumba ya Isiraeri olukomera, lui-
6 nirire mu lutalo ku lunaku lwa Mukama. Bala-
bye ebitalimu nobulaguzi obwobulimba abo abo-
gera nti Mukama ayogera; songa Mukama taba-
tumye: era basubiziza abantu ngekigambo ki-
7 genda okunyuwezebwa. Temulabye kwolesebwa

okutalimu, era temwogede bulaguzi bwa bulimba, kubanga mwogera nti Mukama ayogera : era naye sogeranga ?

Mukama Katonda kyava ayogera nti Kubanga 8
mwogede ebitalimu, era mulabye ebyobulimba, kale, laba, ndi mulabe wamwe, bwayogera Mukama Katonda. Era omukono gwange guliba 9
mulabe wa banabi abalaba ebitalimu nebalagula ebyobulimba : tebaliba mwabo abatesa abomubantu bange, so tebaliwandikibwa mu kiwandiko ekyenyumba ya Isiraeri, so tebaliingira munsi ya Isiraeri ; awo mulimanya nga nze Mukama Katonda. Kubanga, wewawo, kubanga basenzesenze 10
abantu bange, nga bogera nti Mirembe ; songa tewali mirembe ; era omuntu bwazimba ekisenge, laba, bakisigako (ebumba) eritasekudwa bulungi : bagambe abo abakisigako (ebumba) eritasekudwa 11
bulungi nga kirigwa : walibawo enkuba ekulukuta enyo ; namwe, amainja agomuzira amanene, muligwa ; na kibuyaga mungi alikimenya. Laba, 12
ekisenge bwekiriba nga kigude, temuligambibwa nti Okusigako kwemwakisigako kulirudawa ? Kale bwati bwayogera Mukama Katonda nti 13
Ndikimenyera dala ne kibuyaga mungi nga ndiko ekiruwi ; era walibawo enkuba ekulukuta enyo nga ndiko obusungu, namainja agomuzira amanene okukimalawo. Bwentyo bwendyabiza dala 14
ekisenge kyemwasigako (ebumba) eritasekudwa bulungi, nenkisa wansi, omusingi gwakyo nokweruka negweruka : era kirigwa namwe mulimalibwawo wakati mukyo : awo mulimanya nga nze Mukama. Bwentyo bwenditukiriza eki- 15
ruwi kyange ku kisenge ne kwabo abakisigako (ebumba) eritasekudwa bulungi ; era ndibagamba 16
nti Ekisenge tekikyaliwo newakubade abo abakisigako ; (be) banabi ba Isiraeri abalagula ebya Yerusalemi era abakirabira okwolesebwa okwe-

mirembe, songa tewali mirembe, bwayogera Mukama Katonda.

17 Nawe, omwana womuntu, kakasa amasogo okwolekera abawala babantubo, abalagula ebiva
18 mu mutima gwabwe bo; era balagulireko oyogere nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Zibasanze abakazi abatungira ebigugu ku nkokola zona, era abakolera ebiwero emitwe (gyabantu aba) buli kigero okui'ga obulamu! Mulii'ga obulamu bwabantu bange, nemwewonyeza mweka
19 obulamu okufa? Era mwanvumisa mu bantu bange olwembatu eza sairi nolwebitole ebyemigati okuta obulamu obutagwana kufa, nokuwonya obulamu okufa obutagwana kuba bulamu, nga mulimba abantu bange abawulira ebyobulimba.
20 Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Laba, ndi mulabe wa bigugu byamwe byemui'za obulamu eyo okububusa, era ndibisika okubigya ku mikono gyamwe; era ndita obulamu, obulamu obwo
21 bwemui'ga okububusa. Era nebiwero byamwe ndibiyuza, nemponya abantu bange mu mukono gwamwe, songa tebakyabera mu mukono gwamwe okui'gibwa; awo mulimanya nga nze Mukama.
22 Kubanga muwubaziza nebyobulimba omutima gwomutukirivu nze gwesiwubazanga; nemunyuweza emikono gyomubi, aleme okuda okuva mu ku-
23 bolye ebi nawona nga mulamu: kyemuliva mulema okulaba nate ebitalimu newakubade okulagula obulaguzi: nange ndiwonya abantu bange mu mukono gwamwe; awo mulimanya nga nze Mukama.

14

1 Awo abamu ku bákade ba Isiraeri nebaja
2 gyendi nebatula mu maso gange. Awo ekigambo
3 kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, abasaja bano batute ebifananyi byabwe mu mutima gwabwe, era batade enkonge eyobutali

butukirivu mu maso gabwe: nyinza ntya abo okumbuza na kamu koka? Kale yogera nabo obagambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Buli muntu owomunyumba ya Isiraeri atwala ebifananyibye mu mutimagwe, nateka enkonge eyobutali butukirivubwe mu masoge, naja eri nabi; nze Mukama ndimudamu mwebyo ngolufulube lwebifananyibye bweruli; ndyoke nkwase enyumba ya Isiraeri omutima gwabwe bo, kubanga bona baneyawulako olwebifananyi byabwe. Kale bagambe enyumba ya Isiraeri nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Mude mukyuke okuleka ebifananyi byamwe; era mukyuse amaso gamwe okuleka emizizo gyamwe gyona. Kubanga buli muntu owomunyumba ya Isiraeri oba owokubanagwanga ababera mu Isiraeri eyeyawula nange natwala ebifananyibye mu mutimagwe nateka enkonge eyobutali butukirivubwe mu masoge naja eri nabi okunebuzako; nze Mukama ndimudamu nze mwene: era ndikakasa amaso gange okwolekera omuntu oyo, era ndimufula ekyewunyo, okuba akabonero nolugero, era ndimuzikiriza wakati mu bantu bange; awo mulimanya nga nze Mukama. Era obanga nabi alirimbibwa nayogera ekigambo, nze Mukama nga nimbye nabi oyo, era ndimugololerako omukono gwange, nemuzikiriza wakati mu bantu bange Isiraeri. Era balyetika obutali butukirivu bwabwe: obutali butukirivu bwa nabi bulyenkanira dala obutali butukirivu bwoyo amwebuzako; enyumba ya Isiraeri ereme okuwaba nate okunvako newakubade okweyonona nate nokusobya kwabwe kwona; naye babere abantu bange, nange mbere Katonda wabwe, bwayogera Mukama Katonda.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, ensi bwenyonona ngesobeza, nange nengigololerako omukono gwange

nemenya omugo ogwemigati gyamu, nengiwerezako enjala, nengimalamu abantu era nensolo;
14 abo bonsatule, Nuwa ne Danieri ne Yobu, newakubade nga bali omwo, bandiwonyeza ememe zabwe bo zoka olwobutukirivu bwabwe, bwayo-
15 gera Mukama Katonda. Bwendiisa ensolo embi munsi nokugyonona nezigyonona nokuzika nezika, omuntu yena natainza kuitamu olwensolo ezo;
16 abasaja abo bonsatule newakubade nga bali omwo, nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama, tebandiwonyeza batabani babwe newakubade bawala babwe; bo boka bandiwonyezebwa, naye ensi
17 erizika. Oba bwendireta ekitala kunsi nenjogera nti Ekitala, ita munsi; nokumalamu nengima-
18 lamu abantu nensolo; abo bonsatule newakubade nga bali omwo, nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, tebaliwonya batabani babwe newakubade bawala babwe, naye bo be nyini
19 baliwonyezebwa boka. Oba bwendiwereza kawumpuli munsi eno, nengifukako ekiruwi kyange
20 mu musai, okugimalamu abantu nensolo: Nuwa ne Danieri ne Yobu newakubade nga bali omwo, nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, tebaliwonya mutabani wabwe newakubade muwala wabwe; baliwonya ememe zabwe bo
21 zoka olwobutukirivu bwabwe. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kale tebirisinga nyo okuba bwebityo, bwendiwereza emisango gyange ena emizibu ku Yerusalemi, ekitala nenjala nensolo embi ne kawumpuli, okukimalamu abantu
22 nensolo? Era naye mulisigalamu ekitundu ekifisewo ekirigyibwamu nekitwalibwa, abana abobulenzi nabobuwala: laba, balifuluma balija gyemuli, namwe muliraba ekubo lyabwe nebikolwa byabwe: awo mulisanyusibwa mu bubi bwendese ku Yerusalemi, olwa byona byenkire-
23 seko. Era balibasanyusa bwemuliraba ekubo

lyabwe nebikolwa byabwe: awo mulimanya nga sabalanga bwerere okukola byona byenakolera mukyo, bwayogera Mukama Katonda.

15

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, omuzabibu gu- 2
singa gutya omuti gwona, etabi eryomuzabibu
oguli mu miti egyomukibira? Banagyangako emiti 3
okukola omulimu gwona? oba abantu banagya-
ngako ekikondo okuwanikako ekintu kyona?
Laba, bagusula mu muliro okuba enku: omuliro 4
gugwoke'za eruwi neruwi ne wakati wagwo waide;
guliko kyegugasa olwomulimu gwona? Laba, 5
bwegwali nga gukyali mulamba, tegwasanira
mulimu gwona: kale omuliro nga gugwokeza
era nga guide gukyasanira gutya omulimu gwona?
Kale Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti 6
Ngomuzabibu mu miti egyomukibira, gwempa-
deyo eri omuliro okuba enku, bwentyo bwendi-
wayo abo abali mu Yerusalemi. Era ndikakasa 7
amaso gange okubolekera; balifuluma mu muliro,
naye omuliro gulibokya; awo mulimanya nga
nze Mukama, bwendikakasa amaso gange okubo-
lekera. Era ndizisa ensi kubanga basobeza, bwa- 8
yogera Mukama Katonda.

16

Nate ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, manyisa Yerusa- 2
lemi emizizo gyakyo, oyogere nti Bwati Mukama 3
Katonda bwagamba Yerusalemi nti Okuzalibwa-
kwo nekikakyo bya munsi Eyomukanani; Omwa-
moli ye yali kitawo, ne nyoko yali Mukiti. Era 4
ebyokuzalibwakwo ku lunaku kwewazalirwa te-
wasalibwa kalira, so tewanazibwa na ma'zi oku-
kutukuza; tewatekebwamu munyo na katonó, so

5 tewabikibwako na katono. Tewali liso eryakusasira okukukola kwebyo byona, okukukwatirwa ekisa; naye nosulibwa mu tale ebweru, kubanga
6 wakyaibwa gwe ku lunaku kwewazalirwa. Awo bwenakuitako nenkulaba nga wekulukunya mu musaigwo, nenkugamba nti (Newakubade ngoli) mu musaigwo, ba mulamu: wewawo, nenkugamba nti (Newakubade ngoli) mu musaigwo, ba
7 mulamu. Nenkwaza ngekimuli ekyomunimiro, neweyongera nofuka mukulu, notuka ku buyonjo obulungi enyo; amaberego negamera, envirizo nezikula; era naye ngoli bwerere nga tobiki-
8 dwako. Awo bwenakuitako nenkutunulira, laba, ekiserakyo nga kye kisera ekyokwagalirwamu; nenkwalirako ekirenge kyange nembika ku bwererebwo: wewawo, nenkulairira, nendagana nawe endagano, bwayogera Mukama Katonda, nofuka
9 wange. Awo nenkunaza namazi; wewawo, nenkunalizako dala omusaigwo, nenkusigako amafuta.
10 Nokwambaza nenkwambaza omulimu ogwedalizi, nenkunanika engato ezamaliba gengonge nenkusiba olwebagyo olwa bafuta enungi, nenkubikako
11 aliri. Era nenkunanika ebyobuyonjo, nenteka ebikomo ku mikonogyo nomukufu mu bulagobwo.
12 Nenteka empeta ku nyindoyo, nebyomumatu mu
13 matugo nengule enungi ku mutwegwo. Bwewavonjeowa bwotyo nezabu nefeza; nebyambalobyo byali bya bafuta nungi ne aliri nomulimu ogwedalizi; walyanga obuta obulungi nomubisi gwenjuki namafuta: noba mulungi nyo nyini, nolaba omukisa okutusa mu bukulu obwobwakabaka.
14 Etutumolyo neryatikirira mu mawanga olwobulungibwo; kubanga bwali butukiride olwobukulu bwange bwenali nkutadeko, bwayogera Mukama Katonda.
15 Naye gwe newesiga obulungibwo, newefula omwenzi olwetutumolyo, nofuka obukababwo ku

buli muntu eyaitawo; bwabanga bubwe. Era wa- 16
tola ku byambalobyo, newekolera ebifo ebigulumivu ebyayonjebwa namabala agatali gamu, noyendera kubyo: (ebifanana bwebityo) tebirija so tebiriba bwebityo. Nokudira nodira ebyobu- 17
yonjobwo ebirungi eby a zabu yange nebya feza yange byenali nkuwade, newekolera ebifananyi byabantu, noyenda kubyo; nodira ebya- 18
mbalobyo ebyedalizi, nobibikako noteka amafuta gange nobubane bwange mu maso gabyo. Era nemere yange gyenakuwa, obuta obu- 19
lungi namafuta nomubisi gwenjuki, byenakulisanga, nokuteka nobiteka mu maso gabyo okuba evumbe edungi, nebiba (bwebityo), bwayogera Mukama Katonda. Era nate wadira 20
abanabo abobulenzi nabobuwala, bewanzalira, abo nobawayo okuba sadaka eri byo okulibwa. Obwenzibwo kyali kigambo kitono, nokuta nota 21
abana bange, nobawayo ngobaisa mu (muliro) eri byo? Era mu mizizogyo gyona ne mu bwenzi- 22
bwo tojukiranga naku za butobwo, bwewali obwerere nga tobikidwako, era nga wekulukunya mu musa igwo. Awo olutuse obubibwo bwona nga 23
bumaze okubawo, [zikusanze, zikusanze! bwayogera Mukama Katonda,] wezimbide ekifo ekiku- 24
lumbala newekolera ekifo ekigulumivu mu buli lugudo. Ozimbye ekifokyo ekigulumivu buli 25
lugudo werusibuka, era ofude obulungibwo okuba ekyomuzizo, era obikulide ku bigere buli muise noyongera ku bwenzibwo. Era oyenze ku Bami- 26
siri, baliranwabo, abomubiri omunene; noyongera ku bwenzibwo okunsunguwaza. Kale, laba, 27
nkugololedeko omukono gwange, era nkendezeza (emereyo) eya bulijo, nenkuwayo eri okwagala kwabo abakukyawa, abawala Babafirisiti abakwatidwa ensonyi ekubolyo eryobukaba. Era 28
noyenda ku Bāsuli, kubanga tewainza ku'kuta;

29 wewawo, oyenze kubo, era naye tewanyiwa. Era
nate wayongera ku bwenzibwo munsi ya Kanani
okutusa Ebukalidaya ; era naye nobwo tebwaku-
30 nyiya. Omutimagwo nga munafu ! bwayogera
Mukama Katonda, kubanga okola bino byona,
omulimu ogwomukazi owamawagali omwenzi ;
31 kubanga ozimba ebifobyo ebikulumbala buli
lugudo werusibuka, nokola ekifokyo ekigulumivu
mu buli lugudo ; so tobanga nga mukazi mwenzi
32 kubanga onyoma empera. Omukazi alina ba
ayenda so ! akiriza abagenyi mu kifo kya bawe
33 so ! Abakazi bona abenzi babawa ebirabo : naye
gwe owa ebirabobyo baganzibo bona, nobaguli-
rira baje gyoli okuva mu njuwi zona olwobwenzi-
34 bwo. Era osobeza ensobeza biri abakazi (abalala)
mu bwenzibwo, kubanga tewali akugoberera gwe
okwenda : era kubanga ogulirira so towebwa
mpera kyova osobeza ensobeza ebiri.
35 Kale, ai owenzi, wulira ekigambo kya Mukama :
36 bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga
empitambiyo yafukirwa dala, nobwererebwo
nebubikulwako olwobwenzibwo bwewayenda ku
baganzibo ; era olwebifananyi byona ebyemizi-
37 zogyo nolwomusai gwabanabo gwewabawa ; kale,
laba, ndikunganya baganzibo bona bewasanyuka na-
bo, nabo bona bewayagala, wamu nabo bona bewa-
kyawa ; okukunganya ndibakunganya okulwana
nawe enjuwi zona, era ndibabikulira obwererebwo,
38 bona balabe obwererebwo. Era ndikusaliza
omusango ngabakazi aba'ta obufumbo nebayiwa
omusai bwebasalirwa omusango ; era ndikule-
39 tako omusai ogwekiruwi nobugya. Era ndiku-
wayo mu mukono gwabwe, awo balisula ekifokyo
ekikulumbala nebamenyamenya ebifobyo ebigulu-
mivu ; era balikwambula ebyambalobyo, neba-
nyaga ebyobuyonjobwo ebirungi : awo baliku-
40 leka ngoli bwerere ngobikudwako. Era balikuli-

nyisako ekibina, nebakukuba amainja, nebakufumitira dala nebitala byabwe. Era balyokya 41
enyumbazo omuliro nebatukiriza emisango kugwe abakazi bangi nga balaba; era ndikulekesayo obwenzi, so toliwayo mpera nate lwa kubiri. Bwentyo bwendi'kusa ekiruwi kyange kugwe, 42
nobugya bwange bulikuvako, nenterera nesibako busungu nate. Kubanga tojukiranga naku za 43
butobwo, naye no'nyiza mu bino byona; kale, laba, nange ndireta ekubolyo ku mutwegwo, bwayogera Mukama Katonda: so tolyongera bukaba (obwo) ku mizizogyo gyona.

Laba, buli muntu agera engero anakugereranga 44
olugero (luno) ngayogera nti Nga nyina ne muwalawe bwatyo. Oli muwala wa nyoko 45
atamwa ba nabanabe; era oli wa luganda ne bagandabo abatamwa bababwe nabana babwe: nyamwe yali Mukiti, ne kitamwe yali Mwamoli. Ne mukuluwo ye Samaliya abera ku mukonogwo 46
ogwa kono, ye ne bawalabe: ne mwana wanyo atula ku mukonogwo ogwadyo ye Sodoma ne bawalabe. Era naye totambuliranga mu makubo 47
gabwe, so tokolanga ngemizizo gyabwe bwegiri; naye (ekyo ngokiita kigambo) kitono nyo, nosinga bo okuba omukyamu mu makubogo gona. Nga 48
bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, mugandawo Sodoma takolanga, ye newakubade bawalabe, nga gwe bwokoze, gwe ne bawalabo. Laba, buno bwe bwali obutali butukirivu bwa 49
mugandawo Sodoma; amalala noku'kutanga emere nokwesima nga yegolola byali muye ne mu bawalabe; so teyanyuweza mukono gwa mwavu neyetaga. Era bālina ekitigi, nebakola ebyemi- 50
zizo mu maso gange: kyenava mbagyawo nga bwenasima. So ne Samaliya takolanga kitundu 51
kya ku bibibyo; naye gwe wayongera ku mizizogyo okukira bo, nowesa obutukirivu bagandabo

52 olwemizizogyo gyona gyewakola. Era nawe
berako ensonyizo gwe, kubanga osaze omusango
bagandabo okusinga ; olwebibibyo byewakola
ebyemizizo okukira bo kyebavude bakusinga
obutukirivu : wewawo, era swala obereko enso-
nyizo kubanga oweseza obutukirivu bagandabo.
53 Era ndikomyawo obusibe bwabwe, obusibe bwa
Sodoma ne bawalabe, nobusibe bwa Samaliya ne
bawalabe, nobusibe bwabasibebo abali wakati
54 mubo : olyoke obereko ensonyizo gwe, era
okwatibwe ensonyi olwebyo byona byewakola,
55 kubanga obasanyusa. Era bagandabo, Sodoma
ne bawalabe, balida mu bukulu bwabwe obweda,
ne Samaliya ne bawalabe balida mu bukulu
bwabwe obweda, nawe ne bawalabo mulida mu
56 bukulu bwamwe obweda. Kubanga mugandawo
Sodoma akamwako tekamwatulanga ku lunaku
57 olwamalalago ; obubibwo nga tebunabikulwa,
nga mu biro abawala Abebusuli lwebavuma nabo
bona abamwetolode, abawala Ababafirisiti abaku-
58 girira ekyejo enjuwi zona. Wabako obukababwo
59 nemizizogyo, bwayogera Mukama. Kubanga
bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ndikuko-
lera dala nga bwokoze, gweyanyoma ekirairo
60 nomenya endagano. Era naye nze ndijukira
endagano gyenalagana nawe mu naku ezobutobwo,
era ndinyuweza eri gwe endagano eterigwawo.
61 Awo nolyoka ojukira amakubogo, nokwatibwa
ensonyi, bwoliwebwa bagandabo, (bagandabo)
abakulu ne (bagandabo) abato : era ndikubawa
62 okuba abawala, naye si lwa ndaganoyo. Era
ndinyuweza endagano yange nawe ; awo olimanya
63 nga nze Mukama : olyoke ojukire noswala nolema
okwasama nate akamwako olwensonyizo ; bwendi-
mala okukusonyiwa byona byewakola, bwayogera
Mukama Katonda.

17

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, leta ekikoko 2
ogerere enyumba ya Isiraeri olugero ; oyogere nti 3
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Empungu
enene erina ebiwawatiro ebinene nebiwawa ebi-
wanvu, eriko ebyoya bingi, eyamabala agatali
gamu, yaja ku Lebanoni, netwala obusongezo
bwomuvule : yanogako amasanso gagwo amato 4
agakomererayo, nagugyayo nagutwala munsi
eyobusubuzi ; yagusimba mu kibuga ekyabasu-
buzi. Era yatwala ne ku nsigo eyomunsi, 5
negisiga mu taka gimu ; yaguteka awali ama'zi
amangi ; negusimba ngomusafusafu. Negumera 6
neguba muzabibu ogulanda omumpimpi, amatabi
gagwo negagikyukira nemizi gyagwo gyali wansi
wayo : awo neguba muzabibu negusula amatabi,
negumera amasanso. Era waliwo nempungu 7
enene endala, eyalina ebiwawatiro ebinene
nebyoya bingi : awo, laba, omuzabibu ogwo
negugiwetera emizi gyagwo, negumera amatabi
gagwo okugenda gyeri, okuva mu bibibi mwegwa-
simbibwa, egufukirire ama'zi. Gwasimbibwa mu 8
taka edungi awali ama'zi amangi, gusule amatabi
era gubale ebibala, gubere omuzabibu omulungi.
Yogera nti Bwati bwayogera Mukama Katonda 9
nti Guliraba omukisa ? talisimbula mizi gyagwo,
nasalako ebibala byagwo, guwotoke ; amalagala
gagwo gona amabisi agamera gawotoke ; newaku-
bade nga tewali buinza bungi newakubade abantu
bangi okugusimbula nemizi gyagwo ? Wewawo, 10
laba, bwegusimbibwa guliraba omukisa ? tegulii-
wotokera dala, embuyaga ezebuvanjuba bwezigu-
komako ? guliwotokera mu bibibi mwegwakulira.
Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira 11
nga kyogera nti Gamba no enyumba enjemu nti 12

Temumanyi bigambo bino amakulu gabyo bwegali? babulire nti Laba, kabaka Webabuloni
yaja Eyerusalemi nawamba kabaka wayo naba-
13 kungu bayo nabaleta gyali Ebabuloni; era na-
twala ku zade lya kabaka, nalagana naye enda-
gano; era namulaiza ekirairo, nagyayo abamanyi
14 abomunsi: obwakabaka bukakane, buleme okwe-
gulumiza, naye bunyuwere olwokukwata endaga-
15 noye. Naye namujemera ngatuma ababakabe mu
Misiri, bamuwe embalasi nabantu bangi. Ali-
raba omukisa? aliwona oyo akola ebifanana bwe-
bityo? alimenya endagano, era naye nawona?
16 Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Ka-
tonda, mazima mu kifo kabaka mwabera eyamu-
fula kabaka, gweyanyomako ekirairokye namenya
endaganoye, oyo gyali wakati mu Babuloni gyali-
17 fira. So ne Falao negyerye eryamanyi nekibina
ekinene talibako kyamugasa mu ntalo, bwebali-
tūma ebifunvu nebazimba ebigo, okuzikiriza
18 abantu bangi. Kubanga anyomye ekirairo nga-
menya endagano; era, laba, yali awade omuko-
nogwe, era naye akoze ebyo byona; taliwona.
19 Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Nga
bwendi omulamu, mazima ekirairo kyange kya-
nyomye nendagano yange gyamenye ndibitusa
20 nokubitusa ku mutwegwe ye. Era ndimusulako
ekitimba kyange, era alikwasibwa mu kyambika
kyange, era ndimutwala Ebabuloni, era ndiwo-
leza naye eyo olwekyononokye kyeyanyonona.
21 Era abadusebe bona mu bibinabye byona baligwa
nekitala, nabo abalisigalawo balisasanyizibwa eri
empewo zona: awo mulimanya nga nze Mukama
njogede.
22 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Era
nditwala ku busongezo obwa wagulu obwomu-
vule nembusimba; ndinogako ku masanso gagwo
amato agakomererayo (esanso) erimu egonvu,

era ndirisimba ku lusozi oluwanvu olukulumbala : ku lusozi olwentiko ya Isiraeri kwendirisimba : awo lirisula amatabi neribala ebibala, neguba emuvule omulungi : era wansi wagwo walibera enyonyi zona ezebiwawatiro byona ; mu kisikirize ekyamatabi gagwo weziritula. Nemiti gyona egyomutale girimanya nga nze Mukama nkakanyi'za omuti omuwanvu, era nga ngulumiziza omuti omumpi, era nga nkaziza omuti ogwamera, era nga njezeza omuti omukalu : nze Mukama njogede era nkikoze.

18

Ekigambo kya Mukama kyanjijira nate nga kyogera nti Mubade mutya nokugera nemugerera olugero luno ensi ya Isiraeri nga mwogera nti Bakitabwe balide ezabibu ezinyunyuntula, namanyo gabana ganyenyera ? Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, temuliba na (nsonga) nate okugera olugero olwo mu Isiraeri. Laba, ememe zona zange ; ngememe ya kitawe, nememe yomwana bwetyo yange : ememe ekola ekibi yerifa. Naye omuntu bwaba omutukirivu nakola ebyalagirwa ebyensonga, songa taliride ku nsozi, songa taimusiza masoge eri ebifananyi ebyenyumba ya Isiraeri, songa tayononye mukazi wa mune, songa tasemberede mukazi mu biro ebyokweyawulakwe ; songa talyazamanyiza muntu yena, naye eyadizanga omwewoze omusingogwe, songa tanyaze muntu yena lwa manyi, era eyawanga omuyala emereye nabikanga oyo ali obwerere nekyambalo ; atawolanga lwa magoba, songa takirizanga ebisukirira byona, eyagyako omukonogwe ku butali butukirivu, eyatukirizanga omusango ogwamazima eri omuntu ne mune, eyatambuliranga mu mateka gange, era eyakwatanga emisango gyange, okukolanga ebya-

23 24

1 2 3 4 5 6 7 8 9

mazima ; oyo ye mutukirivu, talirema kuba mu-
10 lamu, bwayogera Mukama Katonda. Bwalizala
omwana, omunyazi, ayiwa omusai, era akola
11 kwebyo byona, so atakola kwebyo byona (ebi-
mugwanide), naye okulya eyalira ku nsozi, nayo-
12 nona mukazi wa mune, eyalyazamanya omwavu
neyetaga, eyanyaga olwamanyi, so ataza musingo,
era eyaimusa amasoge eri ebifananyi, eyakola
13 ebyemizizo, eyawolanga olwamagoba, era eyaki-
riza ebisukirira : kale aliba mulamu oyo ? taliba
mulamu : akoze ebyemizizo bino byona : tali-
14 rema kufa ; omusaigwe guliba kuye. Laba, bwa-
lizala omwana, alaba ebibi byona ebya kitawe
byeyakola, natya natakola ebifanana bwebityo,
15 ataliranga ku nsozi, so ataimusanga masoge eri
ebifananyi ebyenyumba ya Isiraeri, atayononanga
16 mukazi wa mune, so atalyazamanyanga muntu
yena, atasingirwanga kintu, so atanyaganga lwa
manyi, naye eyawanga omuyala emereye, eya-
17 bikanga oyo ali obwerere nekyambalo, eyagyako
omukonogwe eri omwavu, atakirizanga magoba
newakubade ebisukirira, eyatukirizanga emisango
gyange, eyatambuliranga mu mateka gange ; oyo
talifa lwa butali butukirivu bwa kitawe, talirema
18 kuba mulamu. Kitawe, kubanga yajoga nobu-
kambwe, nanyaga mugandawe olwamanyi, nakola
ebyo ebitali birungi mu bantube, laba, alifira mu
19 butali butukirivubwe. Era naye mwogera nti
Omwana kiki ekimulobera okubako obutali butu-
kirivu bwa kitawe ? Omwana bwabanga akoze
ebyalagirwa ebyensonga, era ngakute amateka
gange gona, era ngagakoze, talirema kuba mu-
20 lamu. Ememe eyonona yerifa : omwana tali-
bako butali butukirivu bwa kitawe, so ne kitawe
talibako butali butukirivu bwa mwanawe ; obu-
tukirivu obwomutukirivu buliba kuye, nobubi
21 obwomubi buliba kuye. Naye omubi bwakyu-

kanga okuleka ebibibye byona byeyakola na-
kwata amateka gange gona, nakola ebyalagirwa
ebyensonga, talirema kuba mulamu, talifa. Te- 22
waliba ku byononobye byeyayonona ebirijukirwa
kuye: alibera omulamu mu butukirivubwe bwe-
yakola. Nina esanyu lyensanyukira okufa kwo- 23
mubi, bwayogera Mukama Katonda: naye sagala
bwagazi akomewo okuva mu kubolye abere omu-
lamu? Naye omutukirivu bwakyukanga oku- 24
leka obutukirivubwe nakola ebitali bya butu-
kirivu, nakola ngemizizo gyona bwegiri omuntu
omubi gyakola, aliba mulamu? Tewaliba ku
bikolwabye ebyobutukirivu byeyakola ebiriju-
kirwa: mu kyononokye kyayononye ne mu kibi-
kye kyakoze, mwebyo mwalifira. Era naye 25
mwogera nti Ekubo lya Mukama teryenkana-
nkana. Muwulire no, ai enyumba ya Isiraeri:
ekubo lyange sirye lyenkanankana? amakubo
gamwe sige gatenkanankana? Omuntu omutu- 26
kirivu bwakyukanga okuleka obutukirivubwe
nakola ebitali bya butukirivu, nafira omwo; mu
butali butukirivubwe bwakoze mwalifira. Nate 27
omuntu omubi bwakyukanga okuleka obubibwe
bwakoze nakola ebyo ebyalagirwa ebyensonga,
aliwonya ememeye okufa. Kubanga alowoza 28
nakyuka okuleka ebyononobye byona byakoze,
talirema kuba mulamu, talifa. Era naye enyu- 29
mba ya Isiraeri bogera nti Ekubo lya Mu-
kama teryenkanankana. Ai enyumba ya
Isiraeri, amakubo gange sige genkanankana?
amakubo gamwe sige gatenkanankana? Kye- 30
ndiva mbasalira omusango, ai enyumba ya
Isiraeri, buli muntu ngamakuboge bwegali,
bwayogera Mukama Katonda. Mukomewo,
mukyuke okuleka ebyonono byamwe byo-
na; awo obutali butukirivu nebutabazikiriza.
Musule wala namwe ebyonono byamwe byona 31

byemwononye ; mwekolere omutima omugya nomwoyo omugya : kubanga kiki ekibagaza
32 okufa, ai enyumba ya Isiraeri ? Kubanga sirina sanyu lyensanyukira okufa kwoyo afa, bwayogera Mukama Katonda : kale mwekyuse mube abalamu.

19

1 Era nate tanula okukungubagira abakungu ba
2 Isiraeri, oyogere nti Nyoko kyali kiki ? Mpologoma nkazi : yagalamiranga mu mpologoma, wakati mu mpologoma ento mweyayonseza abana
3 bayo. Nakuza omu ku bana bayo ; neba mpologoma ento : neiga okukwata omuigo, nerya aba-
4 ntu. Era namawanga negagiwulira ; yakwatibwa mu kinya kyabwe ; nebagireta namalobo munsi
5 Yemisiri. Awo (enkazi) bweyalaba ngerindiride nesubirye nga libuze, neryoka edira omwana wayo omulala, nagifula empologoma
6 ento. Netambulatambula mu mpologoma, yafuka empologoma ento : era yaiga okukwata omu-
7 igo, yalya bantu. Era yamanya amayumba gabwe, nezisa ebibuga byabwe ; ensi nerekebwawo ne byona ebyalimu olwedobozi eryokuwuluguma
8 kwayo. Awo amawanga nebagirumba enjuwi zona nga gaima mu masaza : nebagisulako ekitimba kyabwe ; nekwatibwa mu kinya kyabwe.
9 Nebagisiba mu jiririzo namalobo, nebagitwala eri kabaka Webabuloni ; bagitwala mu bigo, edobozi lyayo lireme okuwulirirwa nate ku nsozi za Isiraeri.
10 Nyoko yali ngomuzabibu mu musaigwo, ogwasimbibwa awali ama'zi : yali mugimu, yajula
11 amatabi olwama'zi amángi. Era yalina emigo eminyuwevu okuba emigo egyobwakabaka egyabo abafuganga, nobukulu bwabwe bwagulumizibwa wakati mu matabi amaziivu nebalengerwa olwobuwanvu bwabwe nga balina olufulube lwama-

tabi gabwe. Naye yasimbulibwa olwekiruwi, 12
yasulibwa wansi, embuyaga ezebuvanjuba nezikaza ebibalabye : emigogye eminyuwevu negiwogokako negiwotoka ; omuliro negugokya. Awo 13
kakano asimbidwa mu lukola, munsi enkalu eyenyonta. Era omuliro guvude mu migo egya- 14
matabige, gwokeza ebibalabye, nekutaba kuye omugo munyuwevu okuba omugo ogwobwakabaka ogwokufuga. Ebyo bya kukungubaga, era biriba bya kukungubaga.

20

Awo olwatuka mu mwaka ogwomusanvu mu 1
(mwezi) ogwokutano ku (lunaku) olwomwezi olwekumi, abamu ku bakade ba Isiraeri nebaja okubuza Mukama nebatula mu maso gange.
Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 2
kyogera nti Omwana womuntu, yogera naba- 3
kade ba Isiraeri obagambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Muze okumbuza? Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, sibuzibwe mwe. Onobasalira, omwana womuntu, 4
onobasalira omusango? Bamanyise emizizo gya bajaja babwe ; obagambe nti Bwati bwayogera 5
Mukama Katonda nti Ku lunaku lweneroboza Isiraeri nenyimusa omukono gwange eri ezade eryenyumba ya Yabobo, nenemanyisa eri bo munsi Yemisiri, bwenaimusa omukono gwange eri bo, nga njogera nti Nze Mukama Katonda wamwe ; ku lunaku olwo naimusa omukono 6
gwange eri bo okubagya munsi Yemisiri, okubaingiza munsi gyenali mbaketede, ekulukuta namata nomubisi gwenjuki, kye kitibwa kyensi zona : nembagamba nti Musule buli muntu 7
emizizo egyamasoge, so temweyononyesanga nebifananyi Ebyemisiri ; nze Mukama Katonda wamwe. Naye nebanjemera nebatayagala kumpu- 8

lira ; tebasula buli muntu emizizo egyamaso
gabwe, so tebaleka bifananyi bya Misiri : awo
nenjogera okubafukako ekiruwi kyange, okutu-
kiriza obusungu bwange kubo wakati munsi
9 Yemisiri. Naye nakola olwerinya lyange lireme
okuvumisibwa mu maso gamawanga, mwebali,
benetegereza mu maso gabwe gyebali, nga mbagya
10 munsi Yemisiri. Awo nembatambuza okuva
11 munsi Yemisiri, nembaleta mu lukola. Awo
nembawa amateka gange nembalaga emisango
gyange, omuntu bwakola egyo aliba mulamu
12 mugyo. Era nate nembawa sabiti zange, okuba
akabonero wakati wange nabo, balyoke bamanye
13 nga nze Mukama abatukuza. Naye enyumba ya
Isiraeri nebanjemera mu lukola : tebatambulira
mu mateka gange, nebagana emisango gyange,
omuntu bwakola egyo aliba mulamu mugyo ; ne
sabiti zange nebazonona nyo : awo nenjogera
okubafukirako ekiruwi kyange mu lukola okuba-
14 malawo. Naye nenkola olwerinya lyange lireme
okuvumisibwa mu maso gamawanga benaba-
15 gyira mu maso gabwe. Era nate nembaimusiza
omukono gwange mu lukola nga sigenda kuba-
leta munsi gyenali mbawade, ekulukuta namata
nomubisi gwenjuki, kye kitibwa kyensi zona ;
16 kubanga bagana emisango gyange nebatatambuli-
ra mu mateka gange nebonona esabiti zange :
kubanga omutima gwabwe gwagobereranga
17 ebifananyi byabwe. Era naye eriso lyange
neribasonyiwa obutabazikiriza, so sabamalirawo
18 dala mu lukola. Awo nengambira abana babwe
mu lukola nti Temutambuliranga mu mateka ga
bajaja bamwe so temwekumanga misango gyabwe
19 so temweyononyesa nebifananyi byabwe : nze
Mukama Katonda wamwe ; mutambulirenga mu
mateka gange, mukwatenga emisango gyange
20 mugikolenga : era mutukuzenga esabiti zange ;

era ziriba kabonero wakati wange namwe, mumanye nga nze Mukama Katonda wamwe. Naye 21
abana nebanjemera; tebatambulira mu mateka gange so tebakwata misango gyange okugikola, omuntu bwakola egyo aliba mulamu mugyo; bayononanga esabiti zange: awo nenjogera okubafukirako ekiruwi kyange okutukiriza obusungu bwange eri bo mu lukola. Era naye nenzi'za 22
omukono gwange nenkola olwerinya lyange lireme okuvumisibwa mu maso gamawanga benabagyira mu maso gabwe. Era nate nembaimu- 23
siza omukono gwange mu lukola nga ndibasasanyiza mu mawanga nembatataganyiza munsi (nyingi); kubanga bali tebatukiri'za misango 24
gyange, naye nga baganyi amateka gange, era nga bononye esabiti zange, namaso gabwe gali nga gagoberera ebifananyi bya bajaja babwe. Era 25
nate nembawa amateka agatali malungi, nemisango gyebatagenda kubereramu balamu; nemba- 26
gwagwawaza olwebirabo byabwe bo, kubanga baisanga mu (muliro) bona abagulanda, ndyoke mbamaleko byona, era bamanye nga nze Mukama.

Kale, omwana womuntu, yogera nenyumba 27
ya Isiraeri obagambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Era ne mu kino bajaja bamwe mwebanvumide, kubanga bansobyako ekyonono. Kubanga bwenali mbaingiziza munsi gyenaimusi- 28
za omukono gwange okubawa, awo nebalaba buli lusozi oluwanvu na buli muti omuziivu, nebawerayo eyo sadaka zabwe, era eyo gyebaleteranga ekiwebwayo kyabwe ekinyiza, era eyo gyebanyokeza akalosa kabwe, nebafuka ebiwebwayo byabwe ebyokunywa. Awo nembagamba nti Ekifo 29
ekigulumivu gyemugenda amakulu gakyo ki? Awo erinya lyakyo nekitumibwa Bama ne lero. Kale gamba enyumba ya Isiraeri nti Bwati bwayo- 30
gera Mukama Katonda nti Mweyononyesa ngenge-

ri bweyali eya bajaja bamwe? era mwenda okugo-
31 berera emizizo gyabwe? era bwemuwayo ebirabo byamwe, bwemuisa batabani bamwe mu muliro, mweyononyesa nebifananyi byamwe byona ne lero? awo nabuzibwa mwe, ai enyumba ya Isiraeri? Nga bwendi omulamu, bwayogera Mu-
32 kama Katonda, sibuzibwe mwe: nekyo ekiingira mu mwoyo gwamwe tekiribawo na katono; kubanga mwogera nti Tunaba ngamawanga, ngebika ebyomunsi, okuwereza emiti
33 namainja. Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama Katonda, mazima ndiba kabaka wamwe nengalo ezamanyi nomukono ogwagololwa neki-
34 ruwi ekifukidwa: era ndibagya mu mawanga nembakunganya okubagya munsi mwemwasasanyizibwa, nengalo ezamanyi nomukono ogugo-
35 lodwa nekiruwi ekifukidwa: era ndibaleta mu lukola olwamawanga, era ndiwoleza eyo namwe
36 nga tutunulagana namaso. Nga bwenawoleza ne bajaja bamwe mu lukola olwensi Yemisiri, bwentyo bwendiwoza namwe, bwayogera Mukama
37 Katonda. Era ndibaisa wansi womugo, era ndibai-
38 ngiza mu busibe bwendagano; era ndibamaliramu dala abajemu, nabo abansobya; ndibagya munsi mwebatula, naye tebaliingira munsi ya Isiraeri: awo mulimanya nga nze Mukama.
39 Namwe, ai enyumba ya Isiraeri, bwati bwayogera Mukama Katonda nti Mugende muwereze buli muntu ebifananyibye, era noluvanyuma, bwemutalikiriza kumpulira: naye erinya lyange etukuvu temuliryonona nate nebirabo byamwe
40 nebifananyi byamwe. Kubanga ku lusozi lwange olutukuvu, ku lusozi olwentiko ya Isiraeri, bwayogera Mukama Katondo, okwo enyumba yona eya Isiraeri, bo bona, kwebalimpereereza munsi; eyo gyendibakiririza, era eyo gyendibasalirira ebiwebwayo byamwe

nebibala ebiberyeberye ebyebitone byamwe wamu nebintu byamwe byona ebitukuvu. Ndibakiriza ngakalosa, bwendibagya mu mawanga nembakunganya okubagya munsi mwemwasasanyizibwa; awo nditukuzibwa mumwe mu maso gamawanga. Awo mulimanya nga nze Mukama, bwendibaingiza munsi ya Isiraeri, munsi gyenaimusiza omukono gwange okugiwa bajaja bamwe. Awo mulijukirira eyo amakubo gamwe nebikolwa byamwe byona byemwegwagwawaza nabyo; era mulyetamwa mu maso gamwe mwe olwebibi byamwe byona byemwakola. Awo mulimanya nga nze Mukama, bwendimala okukola gyemuli olwerinya lyange, si ngamakubo gamwe amabi bwegali, so si ngebikolwa byamwe ebikyamu bwebiri, ai nwe enyumba ya Isiraeri, bwayogera Mukama Katonda.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo ebukika obwadyo, otonyese (ekigambokyo) okwolekera obukika obwadyo, olagulire ku kibira ekyenimiro eyebukika obwadyo; ogambe ekibira ekyebukika obwadyo nti Wulira ekigambo kya Mukama; bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndikuma omuliro mugwe negwokya buli muti ogwera oguli mugwe na buli muti mukalu: enimi ezomuliro ezaka tezirizikizibwa, namaso gona okuva ebukika obwadyo okutuka ebukika obwa kono galigya nagwo. Awo bona abalina omubiri baliraba nga nze Mukama ngukumye: tegulizikizibwa. Awo nenjogera nti Wowe, Mukama Katonda! banjogerako nti Si mugezi wa ngero?

21

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga

2 kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo
okwolekera Eyerusalemi, otonyese (ekigambokyo)
okwolekera ebifo ebitukuvu, olagulire kunsi ya
3 Isiraeri ; ogambe ensi ya Isiraeri nti Bwati
bwayogera Mukama nti Laba, ndi mulabewo, era
ndisowola ekitala kyange nenkigya mu kirato
kyakyo, nenkumaliramu dala omutukirivu no-
4 mubi. Kale kubanga ndikumaliramu dala omu-
tukirivu nomubi, ekitala kyange kyekiriva kifu-
luma mu kirato kyakyo okutabala bona abalina
omubiri, okuva ebukika obwadyo okutuka ebu-
5 kika obwa kono : awo bona abalina omubiri bali-
manya nga nze Mukama nsowode ekitala kyange
nenkigya mu kirato kyakyo ; tekirida nate lwa
6 kubiri. Kale sa ebikowe, gwe omwana womuntu ;
amabegago nga gakusonjose era ngoliko obuinike
7 bwolisa ebikowe bwotyo bo nga balaba. Awo
olunatuka bwebanakugamba nti Lwaki gwe
okusa ebikowe ? noyogera nti Olwebigambo ebi-
wulidwa, kubanga bija : na buli mutima guli-
sanuka, nemikono gyona giriyongobera, na buli
mwoyo gulizirika, namavivi gona galiba manafu
ngama'zi : laba, bija, era birikolebwa, bwayo-
gera Mukama Katonda.
8 Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
9 kyogera nti Omwana womuntu, lagula oyogere
nti Bwati bwayogera Mukama nti Yogera nti
10 Ekitala, ekitala kiwagadwa era kizigudwa : kiwa-
gadwa kite ekiwendo ; kizigudwa kibe ngenjota :
kale tunasanyuka ? omugo ogwomwanawe gu-
11 nyoma buli muti. Era kiweredwayo okuzigulwa,
kiryoke kikwatibwe : ekitala kiwagadwa, we-
wawo, kizigudwa, okukiwayo mu mukono gwo-
12 musi. Kaba era wowogana, omwana womuntu :
kubanga kiri ku bantu bange, kiri ku bakungu
bona aba Isiraeri : baweredwayo eri ekitala wamu
13 nabantu bange : kale kuba ku kisambikyo. Ku-

banga waliwo okusala omusango ; era kiriba kitya omugo nagwo ogugaya bweguliba nga tegukyaliwo ? bwayogera Mukama Katonda.
Kale gwe, omwana womuntu, lagula okube 14
mu ngalo ; ekitala kyongerwe omulundi ogwokusatu, ekitala ekyabafumitidwa okufa : kye kitala kyomukulu, afumitidwa okufa, ekiingira mu bisenge byabwe. Ntade omumwa gwekitala 15
ku mizigo gyabwe gyona, omutima gwabwe gusanuke nokwesitala kwabwe kwongerwe nyo : ee ! kifuse ngenjota, kisongodwa olwokuta. Weku- 16
nganye, tambulira ku gwadyo ; tala, tambulira ku gwa kono ; yona yona amasogo gyegolekera.
Era ndikuba mu ngalo, nenzikusa ekiruwi kya- 17
nge : nze Mukama nkyogede.
Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga 18
kyogera nti Era, omwana womuntu, weteke- 19
rewo amakubo abiri ekitala kya kabaka Webabuloni mwekinafuluma ; ago gombi galiva munsi emu : olambe ekifo, okirambire ekubo erida mu kibuga werisibuka. Otekewo ekubo ekitala 20
mwekinafuluma okutuka Eraba ekyabana ba Amoni nokutuka eri Yuda mu Yerusalemi ekiriko enkomera. Kubanga kabaka Webabuloni 21
yaimirira mu masanganzira, amakubo gombi wegasibuka, okulagulwa : yazungazunga obusale, neyebuza ku baterafi, nakebera ekibumba. Mu 22
mukonogwe ogwadyo nga mulimu obulaguzi Obweyerusalemi, okusimba ebitomera, okwasamira akamwa oku'ta, okuimusa edobozi nokwogerera wagulu, okusimba ebitomera ku mizigo, okutuma ebifunvu, okuzimba ebigo. Era 23
buliba gyebali ngobulaguzi obutalimu mu maso gabwe ababalairide ebirairo : naye ajukiza obutali butukirivu, balyoke bakwatibwe.
Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti 24
Kubanga mujukiziza obutali butukirivu bwamwe,

kubanga okusobya kwamwe kubikudwako, ebibi byamwe nokulabika nebirabika mu bikolwa byamwe byona; kubanga mujukidwa, mulikwa-
25 tibwa nomukono. Nawe, ai gwe omubi afumitidwa okufa, omukulu wa Isiraeri, ajiridwa olunakulwo, mu biro ebyobutali butukirivu
26 obwenkomerero; bwati bwayogera Mukama Katonda nti Gyawo enkufira otikuleko engule: ekyo tekiriba nate bwekityo: gulumiza ebika-
27 kanye, okakanye ebigulumizibwa. Ndikivunika, ndikivunika, ndikivunika: so nekyo tekiriba nate, okutusa nyinikyo lwalija; era ndikimuwa.
28 Nawe, omwana womuntu, lagula oyogere nti Bwati bwayogera Mukama Katonda ebyabana ba Amoni nebyokuvuma kwabwe; oyogere nti Ekitala, ekitala kisowodwa, kizigulidwa ekiwendo,
29 okukirisa, kibere ngenjota: nga bwebakulabira ebyayanga, nga bwebakulagula ebyobulimba, okukuteka ku nsingo zababi abafumitidwa okufa abajidwa olunaku lwabwe, mu biro ebyobutali
30 butukirivu obwenkomerero. Kize mu kirato kyakyo. Mu kifo mwewatonderwa, munsi mwe-
31 wazalirwa, mwendikusalirira omusango. Era ndikufukirako dala okunyiga kwange; ndikufuwako omuliro ogwobusungu bwange: era ndikuwayo mu mukono gwabantu abali ngensolo aba-
32 magezi okuzikiriza. Oliba nku za muliro; omusaigwo guliba wakati munsi; tolijukirwa nate: kubanga nze Mukama nkyogede.

22

1 Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira
2 nga kyogera nti Nawe, omwana womuntu, onosala omusango, onosala omusango ogwekibuga ekyomusai? kale kimanyise emizizo gyakyo
3 gyona. Era yogera nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nt Ekibuga ekiyiwa omusai

wakati mukyo so, ekisera kyakyo kituke, ekikola
ebifananyi okweyonona okwegwagwawaza!
Oziza omusango ogwomusaigwo gwoyiye, era 4
ogwagwawazibwa nebifananyibyo byewakola;
era osembezeza enakuzo, era otuse ne mu mya-
kagyo: kyenvude nkufula ekivume eri ama-
wanga, nekyokukudalira eri ensi zona. Abo 5
abakuli okumpi, nabo abakuli ewala balikukuda-
lira, gwe alina erinya eryobugwagwa era ajude
okusasamala. Laba, abakungu ba Isiraeri, buli 6
muntu ngobuinzabwe bwebuli, babanga mugwe
okuyiwa omusai. Mugwe mwebānyomera kita- 7
bwe ne nyabwe; wakati mugwe mwebākolera
omugenyi ebyokujoga: mugwe mwebālyazama-
nya atalina kitawe ne namwandu. Wanyoma 8
ebintu byange ebitukuvu, noyonona esabiti zange.
Abasaja abawairiza bābanga mugwe okuyiwa 9
omusai: ne mugwe mwebālira ku nsozi: wakati
mugwe mwebākolera ebyobukaba. Mugwe mwe- 10
babikulide ku bwerere bwa kitabwe: mugwe
mwebakwatira namanyi omukazi eyali nga si
mulongofu olwokweyawulakwe. Era waliwo 11
akoze ekyomuzizo ne mukazi wa mune; era
waliwo nomulala ayononye nobukaba mukamwa-
nawe; era waliwo nomulala mugwe eyakwata
mwanyina muwala wa kitawe. Mugwe mweba- 12
liride enguzi okuyiwa omusai; wasoloza amagoba
nebisukirira, era baliranwabo wabavisamu ama-
goba ngokwatidwa omululu ngojoga, era onera-
bide nze, bwayogera Mukama Katonda. Laba 13
no, amagobago agatali ga mazima gewagoba kye-
nava ngakubira mu ngalo nomusaigwo ogwabanga
wakati mugwe. Omutimagwo guliinza okugu- 14
mikiriza, oba emikonogyo giriinza okuba nama-
nyi, mu naku mwenditeseza ebibyo? nze Mukama
nkyogede nokukola ndikikola. Era ndikusasa- 15
nyiza mu mawanga, nenkutataganyiza munsi

16 (nyingi) ; era ndikumalamu empitambiyo. Awo
oligwagwawazibwa kububwo weka mu maso
gamawanga ; awo olimanya nga nze Mukama.
17 Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
18 kyogera nti Omwana womuntu, enyumba ya
Isiraeri efuse amasengere gyendi : bona bikomo
na masasi na byuma na bāti wakati mu kikomi ;
19 bo masengere ga feza. Mukama Katonda kyava
ayogera bwati nti Kubanga mwena mufuse ma-
sengere, laba, kyendiva mbakunganya mu Yeru-
20 salemi wakati. Nga bwebakunganya efeza nebi-
komo nebyuma namabati namasasi mu kyoto
wakati okubifukutako omuliro okubisanusa ;
bwentyo bwendikunganya mwe nga ndiko obu-
sungu nekiruwi, era ndibatekawo nembasanusa.
21 Wewawo, ndibakunganya nembafukutako omu-
liro ogwobusungu bwange, namwe mulisanuka
22 wakati mukyo. Ngefeza bwesanukira wakati mu
kyoto, namwe bwemulisanukira bwemutyo wa-
kati mukyo ; awo mulimanya nga nze Mukama
mbafuseko ekiruwi kyange.
23 Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
24 kyogera nti Omwana womuntu, kigambe nti
Gwoli nsi eterongosebwa, so tetonyebwako nkuba
25 ku lunaku olwokunyigirako. Waliwo okwekobana
kwa banabi bakyo wakati mukyo ngempologoma
ewuluguma etagulatagula omuigo : balide
ememe (zabantu) ; banyaga ebyobugaga
nebyomuwendo omungi ; bafude banamwandu
26 bakyo okuba abangi wakati mukyo. Bakabona
bakyo bagiride ekyejo amateka gange, era
bagwagwawaziza ebintu byange ebitukuvu : teba-
wudemu bitukuvu nebitali bitukuvu, so tebaigi-
riza bantu okwawulamu ebitali birongofu nebi-
rongofu, era bakwese amaso gabwe esabiti zange,
27 nange nvumisibwa mubo. Abakungu bakyo
wakati mukyo bali ngemisege egitagulatagula

omuigo; okuyiwa omusai nokuzikiriza ememe
balyoke bafune amagoba agatali ga mazima.
Era banabi bakyo babasigideko (ebumba) eritase- 28
kudwa bulungi, nga balaba ebyayanga era nga
babalagula ebyobulimba, nga bogera nti Bwati
bwayogera Mukama Katonda, Mukama nga
tayogede. Abantu abomunsi bajoze, nebagobe- 29
rera okunyaga; wewawo, beralikiri'za omwavu
neyetaga, era bajoze munagwanga nga ba-
mulanga bwerere. Nenonya omusaja mubo 30
eyandidabiriza olukomera naimirira mu kituli
ekiwagudwa mu maso gange kulwensi, neme oku-
gizikiriza: naye nesiraba nomu. Kyenvude 31
mbafukako okunyiga kwange; mbamazewo no-
muliro ogwobusungu bwange: ndese ku mutwe
gwabwe ekubo lyabwe bo, bwayogera Mukama
Katonda.

23

Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, wāliwo abakazi 2
babiri, nyabwe omu: nebayendera mu Misiri; 3
bayenda mu buto bwabwe: eyo amabere gabwe
gyeganyigirizibwa, era eyo gyebabetenta enywa-
nto ezobutanaba kumanya musaja. Namanya 4
gabwe Okola, omukulu, ne Okoliba, mugandawe:
nebaba bange nebazala abana abobulenzi nabobu-
wala. Namanya gabwe, Samaliya ye Okola, ne
Yerusalemi ye Okoliba. Okola nayenda bwe- 5
vali owange; nasusuta baganzibe, Abasuli bali-
anwabe, abayambalanga kaniki, abakulu naba- 6
nasaza, bona balenzi abegombebwa, abasaja
abembalasi abebagade embalasi. Nabagabira 7
obwenzibwe, bona basaja Abebwasuli abalonde:
ra buli gweyasusuta, neyeyononyesa nebifananyi
byabwe byona. So talekangayo bwenzibwe 8

okuva mu (naku) Ezemisiri ; kubanga mu butobwe basula naye, nebabetenta enywanto ezobutanaba kumanya musaja : nebamufukako obwenzi
9 bwabwe. Kyenava muwayo mu mukono gwa baganzibe, mu mukono Gwabasuli beyasusuta.
10 Abo babikula ku bwererebwe : nebatwala abanabe abobulenzi nabobuwala, naye nebamuta nekitala : nafuka ekigambo ekyobuwemu mu bakazi ; kubanga bamukomekerezako emisango.
11 Ne mugandawe Okoliba nalaba ekyo, naye namusinga okukyama mu kususutakwe ne mu bwenzibwe obwabanga obungi okusinga obwenzi bwa
12 mugandawe. Yasusuta Abasuli, abamasaza nabakulu, baliranwabe, abayambalanga engoye ezinekaneka enyo, abembalasi abebagade embalasi,
13 bona balenzi abegombebwa. Nendaba ngagwa-
14 gwawazibwa ; bombi bakwata ekubo limu. Ye nayongera ku bwenzibwe ; kubanga yalaba abasaja abatonebwa ku kisenge, ebifananyi Ebyaba-
15 kalidaya ebyatonebwa ne gerenge, nga besibye enkoba mu biwato, nga bagazii'za ebiremba ebyamabala ku mitwe gyabwe, bona balangira okutunulirwa, ngekifananyi bwekiri Ekyabababuloni
16 mu Bukalidaya, ensi mwebazalirwa. Awo mangwago nga kyaje abalabe nabasusuta nabatumira
17 ababaka mu Bukalidaya. Abababuloni nebaja gyali mu kitanda ekyokwagala, nebamwonona nobwenzi bwabwe, ye nagwagwawazibwa nabo,
18 omwoyogwe negubatamwa. Awo bwatyo nabikula ku bwenzibwe nabikula ku bwererebwe : awo omwoyo gwange negumutamwa, ngomwoyo
19 gwange bwegwatamwa mugandawe. Era naye nayongera ku bwenzibwe, ngajukira enaku ezo-
20 butobwe, mweyayendera munsi Eyemisiri. Awo nasusuta baganzi babwe, omubiri gwabwe ngenyama yendogoi, nebibavamu biri ngebiva mu
21 mbalasi. Bwotyo nojukira obukaba obwomubu-

tobwo, enywantozo bwezabetentebwa A bamisiri olwamabere agomubuwalabwo.

Kale, gwe Akoliba, bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndigolokosa kugwe baganzibo omwoyogwo begutamidwa, nembaleta okukulumba enjuwi zona: Ababaluloni Nabakalidaya bona, Pekoda ne Soa ne Koa, Nabasuli bona wamu nabo: abalenzi abegombebwa, bona ba masaza na bakulu, abalangira nabasaja abātikirira, bona nga bebagade embalasi. Era balikutabala nga bakute ebyokulwanyisa, amagali ne banamuziga, era nga balina ekibina ekyamawanga; balyesimba okulwana nawe, nga balina obugabo nengabo nenkufira enjuwi zona: era ndibatikira okusala emisango, nebakusalira omusango ngemisango gyabwe bwegiri. Era ndikusimbako obugya bwange, nabo balikubonereza nekiruwi; balikugyako enyindoyo namatugo; nekitundukyo ekirifikawo kirigwa nekitala: balitwala abanabo abobulenzi nabobuwala; nekitundukyo ekirifikawo kiryokebwa omuliro. Era balikwambuza ebyambalobyo, nebakugyako ebyobuyonjobyo ebirungi. Bwentyo bwendimazawo gyoli obukababwo nobwenzibwo (obwava) munsi Yemisiri: nokuimusa notobaimusiza nate amasogo newakubade okujukira Misiri nate. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndikuwayo mu mukono gwabo bokyawa, mu mukono gwabo omwoyogwo begutamidwa: nabo balikukola olwobukyawe, balikugyako omulimugwo gwona, nebakuleka ngoli bwerere nga tobikidwako: obwerere obwobwenzibwo nebubikulibwa, obukababwo era nobwenzibwo. Ebyo birikukolebwa, kubanga wayenda okugoberera abamawanga era kubanga ogwagwawazibwa nebifananyi byabwe. Watambulira mu kubo lya mugandawo; kyendiva ngiwa endekuye

22 23 24 25 26 27 28 29 30 31

32 mu mukonogwo. Bwati bwayogera Mukama
Katonda nti Olinywa ku ndeku ya mugandawo,
empanvu era enene: olisekererwa dala nodu-
33 lirwa: erimu bingi. Olijula obutamivu nobuinike, endeku eyokusamalirira nokulekebwawo,
34 endeku ya mugandawo Samaliya. Oliginywa
nokutankira, nomeketa engyo zayo, noyuza amaberego: kubanga nze nkyogede, bwayogera
35 Mukama Katonda. Mukama Katonda kyava
ayogera bwati nti Kubanga onerabide, nonsula
enyuma wamabegago, kale nawe berako obukababwo nobwenzibwo.
36 Era Mukama nangamba nti Omwana womuntu,
onosala omusango gwa Okola ne Okoliba? kale
37 babulire emizizo gyabwe. Kubanga bāyenda,
nomusai guli mu mikono gyabwe, era bāyenda ku
bifananyi byabwe; era ne batabani babwe bebanzalira babaisiza mu (muliro) eri byo okulibwa.
38 Era nate bankoze kino: bononye ekifo kyange
ekitukuvu ku lunaku olumu, era bononye esabiti
39 zange. Kubanga bwebamala okutira abana babwe ebifananyi byabwe, awo nebaja ku lunaku
olwo mu kifo kyange ekitukuvu okukyonona;
era, laba, bwebatyo bwebakoze wakati mu nyu-
40 mba yange. Era nate mwatumya abantu abava
ewala: abatumirwa omubaka, awo, laba, nebaja;
nonabira abo noziga amasogo newenyo'ka nebyo-
41 buyonjo; notula ku kitanda ekyekitibwa, emeza
ngetegekedwa mu maso gakyo, kwewateka obu-
42 bane bwange namafuta gange. Nedobozi eryekibina ekyegolola lyali naye: abatamivu nebaletebwa okuva mu lukola wamu nabasaja abakopi;
nebateka ebikomo ku mikono gyabo (bombi),
43 nengule enungi ku mitwe gyabwe. Awo nenjogera kwoyo eyali akadiye mu bwenzi nti Kakano
44 banayenda kuye, naye (nabo). Nebaingira gyali,
nga bwebaingira eri omukazi omwenzi: bwebatyo

bwebaingira eri Okola neri Okoliba, abakazi abakaba. Nabatukirivu, abo be balibasalira omusango 45
ngabakazi abenzi bwebasalirwa omusango era ngabakazi abayiwa omusai bwebasalirwa omusango ; kubanga benzi, nomusai guli mu mikono gyabwe. Kubanga bwati bwayogera Mukama 46
Katonda nti Ndibalinyisiza ekibina nembawayo okuyugumizibwa eruwi neruwi nokunyagibwa. Awo ekibina kiribakuba amainja, nebabafumita 47
nebitala byabwe ; balita abana babwe abobulenzi nabobuwala nebokya enyumba zabwe omuliro. Bwentyo bwendikomya obukaba munsi, abakazi 48
bona baigirizibwe obutakola ngobukaba bwamwe bwebuli. Era balibasasula obukaba bwamwe, 49
namwe mulibako ebibi ebyebifananyi byamwe : awo mulimanya nga nze Mukama Katonda.

24

Nate mu mwaka ogwomwenda mu mwezi 1
ogwekumi ku (lunaku) olwomwezi olwekumi ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera
nti Omwana womuntu, wewandikire erinya eryo- 2
lunaku, eryolunaku olwa lero : kabaka Webabuloni yasemberera Yerusalemi ku lunaku luno.
Era ogerere enyumba enjemu olugero obagambe 3
nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Tekako esufuliya, gitekeko, era ogifukemu ama'zi :
okunganye ebifi byamu obitekemu, buli kifi eki- 4
rungi, ekisambi nomukono ; gijuze amagumba agasinga obulungi. Dira ku mbuzi esinga obu- 5
lungi, otume amagumba wansi wayo : gyeseze bulungi ; wewawo, amagumba gayo gafumbibwe wakati muyo.

Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti 6
Zisanze ekibuga ekyomusai, esufuliya omuli obutalage bwayo, so nobutalage bwayo tebugivudemu ! gigyemu kitundu kitundu ; tegwiridwako

7 kalulu. Kubanga omusai gwakyo guli wakati
mukyo; kyaguteka ku lwazi olwerere; tekyagu-
8 fuka ku taka okugubikako enfufu; gulinyise
ekiruwi okuwalana egwanga, kyenvude nteka
omusai gwakyo ku lwazi olwerere, guleme okubi-
9 kibwako. Mukama Katonda kyava ayogera
bwati nti Zisanze ekibuga ekyomusai! era
10 nange nditekera enkomi okuba enene. Tindikira
enku nyingi, oyase omuliro, ofumbire dala enya-
ma, okwase ama'zi genyama, amagumba gasirire.
11 Olyoke ogiteke ku manda gayo nga terimu kintu,
ebugume, nekikomo kyayo kigye, nempitambi
yayo esanuke muyo, obutalage bwayo bumali-
12 bwewo. Kyekoye'za nokutegana: era naye obu-
talage bwakyo obungi tebukivamu; obutalage
13 bwakyo (tebuvamu) na muliro. Mu mpitambiyo
mulimu obukaba: kubanga nakulongosa so tewa-
longosebwa, kyoliva olema okulongosebwa empi-
tambiyo nate na katono okutusa lwendikusa
14 ekiruwi kyange kugwe. Nze Mukama nkyo-
gede: kirituka nange ndikikola; sirida nyuma
so sirisonyiwa so siryejusa; ngamakubogo bwe-
gali era ngebikolwabyo bwebiri, bwebalikusalira
omusango, bwayogera Mukama Katonda.
15 Era ekigambo kya Mukama nekinjijira nga
16 kyogera nti Omwana womuntu, laba, oba oli
awo nenkugyako ekyo amasogo kyegegomba: era
naye towubalanga so tokabanga maziga so nama-
17 zigago galeme okukulukuta. Sa ebikowe naye
kasirise; towubalira afude, wesibe ekirembakyo,
onanike engatozo mu bigere, so tobika ku mimwa-
18 gyo, so tolyanga ku mere eyabantu. Awo nenjo-
gera nabantu enkya; akawungezi mukazi wange
19 nafa: nenkola enkya nga bwenalagidwa. Abantu
nebangamba nti Totubulire ebigambo bino bwe-
20 biri kufe, kyova okola bwotyo? Awo nemba-
gamba nti Ekigambo kya Mukama kyanjijiride

nga kyogera nti Gamba enyumba ya Isiraeri nti 21
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba,
ndyonona ekifo kyange ekitukuvu, amalala ago-
buinza bwamwe, amaso gamwe kyegegomba,
nekyo ememe yamwe kyesasira; awo abana
bamwe abobulenzi nabobuwala bemwaleka enyu-
ma baligwa nekitala. Namwe mulikola nga nze 22
bwenkoze: temulibika ku mimwa gyamwe so
temulirya mere ya bantu. Nebiremba byamwe 23
biriba ku mitwe gyamwe, nengato zamwe mu
bigere byamwe: temuliwubala so temulikaba;
naye muliyongoberera mu butali butukirivu
bwamwe, nemusinda buli muntu ne mune. Bwe- 24
kityo Ezekieri aliba gyemuli akabonero; nga
byona bwebiri byakoze bwemutyo bwemulikola:
ekyo bwekirija, awo nemulyoka mutegera nga
nze Mukama Katonda.

Nawe, omwana womuntu, ku lunaku lwendi- 25
bagyako amanyi gabwe, esanyu eryekitibwa
kyabwe, amaso gabwe kyegegomba, nekyo kyeba-
tekako omutima gwabwe, abana babwe abobu-
lenzi nabobuwala, awo ku lunaku olwo tekiriba 26
bwekityo ngoyo aliwona alija gyoli okukikuwu-
liza namatugo! Ku lunaku olwo akamwako 27
kalyasamira oyo aliba ngawonye, noyogera so
toliba kasiru nate: bwekityo oliba kabonero
gyebali; awo balimanya nga nze Mukama.

25

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo 2
okwolekera abana ba Amoni, obalagulireko: oga- 3
mbe abana ba Amoni nti Muwulire ekigambo kya
Mukama Katonda; bwati bwayogera Mukama
Katonda nti Kubanga wayogera nti Nyenya, eri
awatukuvu wange, bwewayononeka; neri ensi ya
Isiraeri bweyazisibwa; neri enyumba ya Yuda

4 bwebagenda mu busibe: laba, kyendiva nkuwayo
eri abana abebuvanjuba okuba obutaka, awo bali-
sisira ensisira zabwe mugwe, nebatula mugwe;
5 balirya ebibalabyo, era balinywa amatago. Era
ndifula Laba okuba ekisibo ekyengamira, nabana
ba Amoni okuba ekifo embuzi wezigalamira:
6 awo mulimanya nga nze Mukama. Kubanga
bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga
okubye mu ngalo, nosamba nebigere, nosanyukira
kunsi ya Isiraeri nekyejo kyona ekyomumemeyo;
7 laba, kyenvude nkugololerako omukono gwange,
era ndikuwayo okuba omunyago eri amawanga;
era ndikuzikiriza mu mawanga, nenkumalamu
munsi ezo: ndikufafaganya; awo olimanya nga
nze Mukama.

8 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kuba-
nga Moabu ne Seira bogera nti Laba, enyumba
9 ya Yuda efanana amawanga gona; laba, kyendiva
mba'gulira abana bebuvanjuba oluwi lwa Moabu
okuva mu bibuga, okuva mu bibugabye ebiri ku
nsaloye, ekitibwa ekyensi, Besiyesimosi, Baali-
10 meoni, ne Kiriyasaimu, okutabala abana ba
Amoni, era ndibawa okuba obutaka, abana ba
11 Amoni baleme okujukirirwa mu mawanga: era
nditukiriza emisango ku Moabu; awo balimanya
nga nze Mukama.

12 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kuba-
nga Edomu akoze bubi enyumba ya Yuda ngawa-
lana egwanga, era ayononye nyo era yewalanide
13 egwanga kubo; Mukama Katonda kyava ayogera
bwati nti Ndigololera ku Edomu omukono
gwange, nemumalamu abantu nensolo: era ndigi-
zisa okuva Temani: 'okutuka Ededani baligwa
14 nekitala. Era nditeka egwanga lyange ku
Edomu nomukono gwabantu bange Isiraeri; era
balikolera mu Edomu ngobusungu bwange bwe-
buli era ngekiruwi kyange bwekiri: awo bali-

manya okuwalana kwange, bwayogera Mukama Katonda.

Bwati bwayogera Mukama Katonda nti 15
Kubanga Abafirisiti bakoze nga bawalana egwanga, era bawalanye egwanga ememe (yabwe) ngeriko ekyejo, okugizikiriza nobulabe obutagwawo ; Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti 16
Laba, ndigololera ku Bafirisiti omukono gwange, era ndimalawo Abakeresi, nenzikiriza ekitundu ekifisewo ekyokutale lyenyanja. Era ndiwalana 17
kubo egwanga ekulu nga mbanenya nekiruwi ; awo balimanya nga nze Mukama, bwendibatekako egwanga lyange.

26

Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nesatu 1
ku (lunaku) olwoluberyeberye olwomwezi ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti
Omwana womuntu, kubanga Tulo ayogede ku 2
Yerusalemi nti Nyenya! oyo amenyese (eyabanga) omuzigo ogwamawanga ; akyukide gyendi: kakano ye ngamaze okuzisibwa nze ndigagawala: Mukama Katonda kyava ayogera 3
bwati nti Laba, ndi mulabewo, gwe Tulo, era ndikutabaza amawanga mangi, ngenyanja bwetabaza amayengo gayo. Awo balizikiriza babu- 4
gwe ba Tulo, nebamenyera dala ebigobye : era ndimukolokotako enfufuye, nemufula olwazi olwerere. Aliba kifo kya kutegerako migonjo 5
wakati mu nyanja ; kubanga nze nkyogede, bwayogera Mukama Katonda : era kiriba munyago gwa mawanga. Ne bawalabe abali mu tale bali- 6
tibwa nekitala ; awo balimanya nga nze Mukama.
Kubanga Mukama Katonda bwayogera bwati nti 7
Laba, ndireta ku Tulo Nebukadireza kabaka Webabuloni, kabaka wa bakabaka, okuva ebukika obwa kono, ngalina embalasi namagali

nabebagade embalasi nekibina nabantu bangi.
8 Alita nekitala bawalabo abali mu tale: era alikuzimbako ebigo, nakutumako ekifunvu, nakuimu-
9 sizako engabo. Era alisimba ebintubye ebitomera ku babugwebo, era alimenyera dala ebigo-
10 byo nembazize. Embalasize kubanga ziinze obungi, enfufu yazo erikubikako: babugwebo balikankana olwoluyogano lwabo abebagala embalasi ne banamuziga namagali, bwaliingira mu mizigogyo, ngabantu bwebaingira mu kibuga
11 ekiwagudwamu ekituli. Alirinyirira engudozo zona nebinulo byembalasize: alita abantubo
12 nekitala, nempagi ezamanyigo zirika wansi. Era balinyaga obugagabwo, nebyobuguzibwo balibifula omuigo: era balimenyera dala babugwebo, nebazikiriza enyumbazo ezokwesima: era baligalamiza amainjago nemitigyo nenfufuyo wakati
13 mu mazi. Era ndikomya edobozi eryenyimbazo: nokuvuga kwenangazo tekuliwulirwa
14 nate. Era ndikufula olwazi olwerere: era oliba kifo kya kutegerako migonjo: tolizimbibwa nate: kubanga nze Mukama nkyogede, bwayogera Mukama Katonda.
15 Bwati Mukama Katonda bwagamba Tulo nti Ebizinga tebirikankana olwokubwatuka olwokugwakwo, abaliko ebiwundu bwebalisinda, bwebati-
16 ra ekiwendo wakati mugwe? Awo abalangira bona abenyanja baliva ku ntebe zabwe, nebambula ebyambalo byabwe, nebegyako engoye zabwe ezedalizi: balyambala okukankana; balitula ku taka
17 nga bakankana buli kasera nebakusamalirira. Era balitanula okukukungubagira nebakugamba nti Ngozikiride, gweyatulwamu abalunyanja, ekibuga ekyayatikirira, ekyalina amanyi ku nyanja, kyo nabo abakitulamu, abagwisako entisa yabwe kwa-
18 bo bona abagitambuliramu! Kakano ebizinga birikankana ku lunaku olwokugwakwo: wewa-

wo, ebizinga ebiri mu nyanja birikengentererwa olwokugendakwo. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda nti Bwendikufula ekibuga ekyalekebwawo, ngebibuga ebitatulwamu; bwendikulinyisako enyanja, amazi amangi negakubikako; awo ndikukakanya wamu nabo abaka mu kinya, eri abantu abomubiro ebyeda, era ndikutuza mu njuwi zensi eza wansi, mu bifo ebyalekebwawo obweda, wamu nabo abaka mu kinya, oleme okutulwamu; era nditeka ekitibwa munsi eyabalamu: ndikufula entisa, so tolibawo nate: newakubade nga bakunonya, naye tebalikulaba nate enaku zona, bwayogera Mukama Katonda.

19 20 21

27

Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga kyogera nti Nawe, omwana womuntu, tanula okukungubagira Tulo: ogambe Tulo nti Ai gwatula awaingirirwa mu nyanja, omusubuzi owamawanga eri ebizinga bingi, bwati bwayogera Mukama Katonda nti Gwe, ai Tulo, oyogede nti Nze natukirira mu bulungi. Ensalozo ziri mu mutima gwenyanja, abazimbibo batukiri'za obulungibwo. Embawozo zona bazigya mu miberosi egiva ku Senira: bagye emivule ku Lebanoni okukukolera omulongoti. Enkasizo bazikoze mu myera egya Basani: emangazo bazikozeza masanga agawairwa munzo ezava ku bizinga bya Kitimu. Etangalyo lyali lya bafuta eriko omulimu ogwedalizi ogwava Emisiri, libere gyoli ebendera: engoye eza kaniki nezefulungu ezava ku bizinga bya Erisa ze zali ekyandaluwakyo. Abatula mu Sidoni ne Alavada be bali abavuzibo: abagezigezibo bali mugwe, ai Tulo, be bali abagobabo. Abakade ba Gebali nabagezigezi bayo bali mugwe, nga be bakonzibo: amato gona agokunyanja

1 2 3 4 5 6 7 8 9

nabalunyanja bago babanga mugwe okuwamba
10 ebyobuguzibwo. Obuperesi ne Luda ne Puti bali
mugyeryo, abasajabo abalwanyi: bawanikanga
mugwe engabo nenkufira: batenda obulungi-
11 bwo. Abasaja Abeyalavada wamu negyeryo
babanga ku babugwebo okwetolola, Nabagamada
babanga mu bigobyo: bawanikanga engabo zabwe
ku babugwebo okwetolola: bâtukiriza obulu-
12 ngibwo. Talasisi ye yabanga omusubuziwo
olwobugaga obwengeri zona: bawangayo olwobu-
guzibwo efeza nebyuma namabati namasusi.
13 Yavani, Tubali, ne Meseka, be bali abasubuzibo:
bawanga emibiri gyabantu nebintu ebyebikomo
14 olwobuguzibwo. Abomunyumba ya Togalama
bawangayo embalasi nembalasi ezentalo nenyu-
15 mbu olwebintubyo. Abasaja Abededani
be bali abasubuzibo: ebizinga bingi ebyali aka-
tale akomumukonogwo: bakuleteranga okuwa-
16 nyisa amasanga nemitogo. Obusuli yabanga
musubuziwo olwolufulube lwemirimugyo: bawa-
ngayo olwebintubyo amainja aga nawandagala
nolugoye olwefulungu nomulimu ogwedalizi ne
bafuta enungi ne kolali namainja amatwakavu.
17 Yuda nensi ya Isiraeri babanga basubuzibo:
bawangayo olwobuguzibwo engano Eyeminisi
nebyakalosa nomubisi gwenjuki namafuta nenvu-
18 mbo. Damasiko yabanga musubuziwo olwolufu-
lube olwemirimugyo, olwolufulube lwobugaga
obwengeri zona: nomwenge Ogwekeriboni nebyo-
19 ya byendiga ebyeru. Vedani ne Yavani bawa-
ngayo olwebintubyo obugogwa: ekyuma ekimasa-
masa ne kasiya ne kalamo byabanga mu buguzi-
20 bwo. Dedani yabanga musubuziwo olwengoye
21 ezomuwendo omungi ezokwebagalirako. Obuwa-
labu nabalangira bona Abekedala abo babanga ba-
subuzi ba mu mukonogwo: babanga basubuzibo
22 olwabana bendiga nendiga enume nembuzi. Aba-

subuzi Abeseba ne Laama babanga basubuzibo : bawangayo olwebintubyo ebyakalosa ebisinga byona namainja gona agomuwendo omungi nezabu. Kalani, ne Kane ne Edeni nabasubuzi Abeseba ne Asuli, ne Kirimada babanga basubuzibo. Abo be babanga abasubuzibo olwebintu ebironde, olwemitumba gya kaniki nemirimu egyedalizi, nesanduke ezebyambalo ezinekaneka, ezisibibwa nemigwa ezikolebwa emivule, mu byobuguzibwo. Amato Agetalasisi ge gakutambuliranga olwobuguzibwo : era wagagawala noba wa kitibwa kinene mu mutima gwenyanja. Abavuzibo bakutusiza awali ama'zi amangi : omuyaga ogwebuvanjuba gukumenye mu mutima gwenyanja. Obugagabwo nebintubyo, obuguzibwo, abalunyanjabo, nabagobabo, abakonzibo nabawamba obuguzibwo, nabasajabo bona abalwanyi abali mugwe, wamu nekibinakyo kyona ekiri mugwe wakati, baligwa mu mutima gwenyanja ku lunaku olwokugwakwo. Olwedobozi eryokulekana kwabagobabo, ebyalo ebirimanyewo birikankana. Nabo bona abakwata enkasi, abalunyanja nabagoba bona abokunyanja baliva mu mato gabwe, baliimirira ku lukalu, era baliwuliza edobozi lyabwe, nga bakukabira, era balirira nga baliko obuinike, nebasula enfufu ku mitwe gyabwe, era balyekulukunya muvu : era balikumwera nebesiba ebibukutu, era balikukabira amaziga ememe zabwe nga ziriko obuinike, nga bawubala nyo nyini. Awo nga bakuba ebiwobe balitanula okukukungubagira nebakukungubagira (nga bogera nti) Ani afanana Tulo, afanana oyo asirisibwa wakati mu nyanja? Ebintubyo bwebyavanga ku nyanja, wajuzanga amawanga mangi : wagagawaza bakabaka bensi nolufulube lwobugagabwo nolwobuguzibwo. Mu biro enyanja bweyakumenya mu buziba obwama'zi, obu-

guzibwo nekibinakyo kyona nebigwa wakati
35 mugwe. Abo bona abali ku bizinga bakusamaliride, ne bakababaka babwe batide nyo nyini, amaso
36 gabwe geralikiride. Abasubuzi abomumawanga bakusoza ; ofuse entisa, so tolibawo nate enaku zona.

28

1 Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga
2 kyogera nti Omwana womuntu, gamba omulangira Wetulo nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga omutimagwo gugulumizibwa noyogera nti Nze katonda, ntude ku ntebe ya Katonda wakati mu nyanja ; era naye oli muntu buntu so si Katonda, newakubade nga wasimba
3 omutimagwo ngomutima gwa Katonda : laba, olina amagezi okusinga Danieri ; tewali kyama
4 kyebainza okukukweka : wefunira obugaga olwamagezigo nokutegerakwo, nofuna ezabu nefeza
5 mu byobugagabyo : oyongede obugagabwo olwamagezigo amangi nolwokusubulakwo, nomuti-
6 magwo gugulumizibwa olwobugagabwo : Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Kubanga osimbye omutimagwo ngomutima gwa Katonda ;
7 laba, kyendiva nkuletako banagwanga, abentisa abomumawanga : awo balisowola ebitala byabwe okulwanyisa obulungi obwamagezigo, era balyo-
8 nona okumasamasakwo. Balikusa mu kinya ; era olifa ngabo bwebafa abatirwa mu mutima
9 gwenyanja. Olyeyongera nate okugambira mu maso goyo akuta nti Nze Katonda? naye oli muntu buntu so si Katonda mu mukono gwoyo
10 akufumita. Olifa ngabo bwebafa abatali bakomole nomukono gwa banagwanga : kubanga nze nkyogede, bwayogera Mukama Katonda.
11 Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira
12 nga kyogera nti Omwana womuntu, tanula oku-

kungubagira kabaka Wetulo omugambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Osa akabonero ku muwendo, ngojude amagezi, ngotukiride obulungi. Wali mu Adeni olusuku lwa Katonda; 13
buli jinja eryomuwendo omungi lyabanga lya kukubikako, sadio, topazi, ne alimasi, berulo, sokamu, ne yasepi, safiro, ejinja erya nawandagala, ne kabunkulo, nezabu: emirimu egyebitasabyo negyenderezo gyali mugwe; gyategekebwa ku lunaku kwewatonderwa. Wali kerubi eyafuki- 14
bwako amafuta abikako: era nze nakusimba (nobukera) nobera ku lusozi lwa Katonda olutukuvu; watambula eruwi neruwi wakati mu mainja agomuliro. Wali ngotukiride mu makubogo 15
okuva ku lunaku kwewatonderwa okutusa obutali butukirivu lwebwalabika mugwe. Bakujuza wa- 16
kati ekyejo olwolufulube olwokusubulakwo, noyonona: kyenvude nkusula nga nkugya ku lusozi lwa Katonda nga nkulanga obwononefu; era nkuzikiri'za, ai kerubi abikako, okuva wakati mu mainja agomuliro. Omutimagwo gwagulumi- 17
zibwa olwobulungibwo, wakyamya amagezigo olwokumasamasakwo: nkusude wansi, nkutade mu maso ga bakabaka, bakutunulire. Wayonona 1
ebifobyo ebitukuvu olwolufulube olwobutali butukirivubwo mu kusubulakwo okutali kwa mazima; kyenvude nziya omuliro wakati mugwe, gukwokeza, era nkufude evu ku taka mu maso gabo bona abakutunulira. Abo bona abakumanyi mu 19
mawanga balikwewunya: ofuse entisa so tolibawo nate enaku zona.

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 20
kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo 21
okwolekera Sidoni okiragule, oyogere nti Bwati 22
bwayogera Mukama Katonda nti Laba, nze ndi mulabewo, ai Sidoni; era ndigulumizibwa wakati mugwe: awo balimanya nga nze Mukama,

bwendimala okutukiririza mukyo emisango, ne-
23 ntukuzibwa mukyo. Kubanga ndiwereza mukyo kawumpuli nomusai mu ngudo zakyo ; nabaliko ebiwundu baligwa wakati mukyo, ekitala nga kikirumba enjuwi zona ; awo balimanya nga nze
24 Mukama. Awo tewalibawo nate omweramanyo ogufumita eri enyumba ya Isiraeri newakubade erigwa erinakuwaza kwabo bona ababetolode, ababagiriranga ekyejo ; awo balimanya nga nze Mukama Katonda.
25 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Bwendiba nga maze okukunganya enyumba ya Isiraeri okubagya mu mawanga, mwebasasanyizibwa, nentukuzibwa mubo mu maso gamawanga, awo balitula munsi yabwe gyenawa omudu wange
26 Yakobo. Era balitula omwo mirembe ; wewawo, balizimba enyumba nebasimba ensuku ezemizabibu, nebatula mirembe nga tebaliko kyebatya ; bwendiba nga maze okutukiriza emisango kwabo bona ababagirira ekyejo ababetolode ; awo balimanya nga nze Mukama Katonda wabwe.

29

1 Mu mwaka ogwekumi mu (mwezi) ogwekumi ku (lunaku) olwomwezi olwekumi nebiri ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti
2 Omwana womuntu, simba amasogo okwolekera Falao kabaka Wemisiri omulagulireko ne ku Mi-
3 siri yona : yogera ogambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabewo, Falao kabaka Wemisiri, ogusota ogunene ogugalamira wakati mu miga gyagwo, ogwogede nti Omuga
4 gwange gwange, era ngwekolede nzeka. Era nditeka amalobo mumbazo, nebyenyanja ebyomumigagyo ndibikwataganya namagambago ; era ndikulinyisa okukugya wakati mu migagyo, wamu nebyenyanja byona ebyomumigagyo ebikwata-

gana namagambago. Era ndikuleka (ngosu- 5
lidwa) mu lukola, gwe nebyenyanja byona ebyo-
mumigagyo : oligwa ku tale ebweru ; tolikunga-
nyizibwa so toliyolebwa : nkuwadeyo okuba
emere eri ensolo ezokunsi neri enyonyi ezomu-
banga. Awo bona abali mu Misiri balimanya 6
nga nze Mukama, kubanga babanga mugo gwa
lumuli eri enyumba ya Isiraeri. Bwebakukwata 7
ku mukono, nomenyeka noyasa ebibegabega bya-
bwe byona : era bwebesigama kugwe, nomenyeka,
noimiriza ebiwato byabwe byona. Mukama Ka- 8
tonda kyava ayogera bwati nti Laba, ndikuletako
ekitala, nenkumalamu abantu nensolo. Nensi 9
Yemisiri eriba matongo era nsiko ; awo balimanya
nga nze Mukama : kubanga ayogede nti Omuga
gwange, era nze nagukola. Kale, laba, nze ndi 10
mulabewo, era ndi mulabe wemigagyo, era ndi-
fula ensi Yemisiri ensiko njerere namatongo,
okuva ku kigo Ekyesevene okutuka ne ku nsalo
Eyebwesiyopya. Tewaliba kigere kya muntu 11
ekiriitamu so tewaliba kigere kya nsolo eki-
riitamu, so teritulwamu emyaka amakumi ana.
Era ndifula ensi Yemisiri amatongo wakati munsi 12
ezalekebwawo, nebibuga byayo mu bibuga ebizi-
sibwa biriba matongo emyaka amakumi ana : era
ndisasanyiza Abamisiri mu mawanga nembatata-
nyiza munsi (nyingi). Kubanga bwati bwayo- 13
gera Mukama Katonda nti Emyaka amakumi ana
nga giisewo ndikunganya Abamisiri okubagya
mu mawanga mwebasasanyizibwa : era ndiko- 14
myawo obusibe Obwemisiri, nemba'za munsi
Eyepasiro, munsi mwebazalirwa ; era baliba eyo
obwakabaka obwajezebwa. Bulisinga obwaka- 15
baka bwona okujezebwa ; so tebulyegulumiza
nate ku mawanga : era ndibakendeza, so tebali-
fuga nate mawanga. So tebuliba nate bwesige 16
bwa nyumba ya Isiraeri, nga bujukiza obutali

butukirivu, bwebakebuka okubatunulira: awo balimanya nga nze Mukama Katonda.

17 Awo olwatuka mu mwaka ogwamakumi abiri mu musanvu mu (mwezi) ogwoluberyeberye ku (lunaku) olwomwezi olwoluberyeberye ekigambo
18 kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, Nebukadireza kabaka Webabuloni yatabaza egyerye olutabalo olunene okulwanyisa Tulo: buli mutwe negubako ekiwalata, na buli kibegabega nekibambuka: era naye teyalina mpera, newakubade egyerye okuva Etulo, olwo-
19 lutabalo lweyakitabala: Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Laba, ndimuwa Nebukadireza kabaka Webabuloni ensi Yemisiri; era alitwalira dala olufulube lwabantu bayo, nanyaga omunyago gwamu, nanyaga omuigo gwamu; era
20 yeriba empera eyegyerye. Muwade ensi Yemisiri okuba emperaye gyeyatabalira, kubanga bākola omulimu gwange, bwayogera Mukama Katonda.
21 Ku lunaku olwo ndimereza ejembe enyumba ya Isiraeri, era ndikuwa okwasama akamwa wakati mubo; awo balimanya nga nze Mukama.

30

1 Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga
2 kyogera nti Omwana womuntu, lagula oyogere nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Mu-
3 wowogane nti Zisanze olunaku! Kubanga olunaku luli kumpi, olunaku lwa Mukama lwe luli okumpi, olunaku olwebire; kiriba kisera kya
4 banagwanga. Era ekitala kiririnya ku Misiri, nobubalagaze buliba mu Bwesiyopya, abo abatidwa bwebaligwa mu Misiri; era baligyawo olufulube lwabantu bamu, nemisingi gyayo girimenyekera
5 dala. Obwesiyopya, ne Puti, ne Luda, nabantu bona abātabulwa, ne Kubu, nabana bona abensi eraganye, baligwa wamu nabo nekitala.

Bwati bwayogera Mukama nti Era nabo aba- 6
kwatirira Misiri baligwa, namalala agobuinza
bwayo galikakana: okuva ku kigo Ekyesevene
baligwa omwo nekitala, bwayogera Mukama.
Era baliba nga balekedwawo wakati munsi ezale- 7
kebwawo, nebibuga byayo biriba wakati mu
bibuga ebyazisibwa. Awo balimanya nga nze 8
Mukama, bwendimala okukuma omuliro mu
Misiri, nababezi bayo bona nga bazikiride. Ku 9
lunaku olwo ababaka balitambula nga bava mu
maso gange nga bagenda mu mato okutisa Abesi-
yopya abegolola; awo obubalagaze buliba kubo,
nga ku lunaku lwa Misiri; kubanga, laba, luja.
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Era 10
ndikomya olufulube lwabantu ba Misiri nomu-
kono gwa Nebukadireza kabaka Webabuloni. Ye 11
nabantube awamu naye, abentisa abomumawanga,
baliingizibwa okuzikiriza ensi; era balisowola
ebitala byabwe okulwanyisa Misiri nebajuza ensi
abo abatidwa. Era ndikaza emiga, nentunda 12
ensi mu mukono gwabantu ababi; era ndi-
rekesawo ensi ne byona ebirimu nomukono gwa-
banagwanga: nze Mukama nkyogede.
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Era ndi- 13
zikiriza nebifananyi, era ndimalamu esanamu mu
Nofu; so tewaliba nate mulangira ava munsi Yemi-
siri: era nditeka entisa munsi Yemisiri. Era ndire- 14
kesawo Pasiro, nenkuma omuliro mu Zoani, ne-
ntukiriza emisango mu No. Era ndifuka ekiruwi 15
kyange ku Sini, ekigo kya Misiri; era ndimalawo
olufulube olwabantu ba No. Era ndikuma 16
omuliro mu Misiri; Sini kiriba nobubalagaze
bungi, ne No kirimenyeka: ne Nofu kiriba naba-
labe emisana. Abalenzi ba Aveni naba Pibesesi 17
baligwa nekitala: (nebibuga) bino birigenda mu
busibe. Era Etekafunekesi nomusana gulye- 18
gyawo, bwendimenyera eyo ebikoligo bya Misiri,

namalala agobuinza bwayo galigwawo omwo:
nakyo ekire kirikibikako, ne bawala bakyo bali-
19 genda mu busibe. Bwentyo bwenditukiriza emi-
sango mu Misiri: awo balimanya nga nze Mu-
kama.
20 Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi no-
gumu mu (mwezi) ogwoluberyeberye ku (lu-
naku) olwomwezi olwomusanvu ekigambo kya
21 Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana
womuntu, menye omukono gwa Falao kabaka
Wemisiri; era, laba, tegusibidwa okusigako
edagala, okusako ekiwero okugusiba, gubere na-
22 manyi okukwata ekitala. Mukama Katonda kyava
ayogera bwati nti Laba, ndi mulabe wa Falao
kabaka Wemisiri, era ndimenya emikonogye,
ogwamanyi nogwo ogwamenyeka; era ndigwisa
23 ekitala okuva mu mukonogwe. Era ndisasanyiza
Abamisiri mu mawanga, era ndibatataganyiza
24 munsi (nyingi). Era ndinyuweza emikono gya
kabaka Webabuloni, nenteka ekitala kyange mu
mukonogwe: naye ndimenya emikono gya Falao,
awo alisindira mu masoge ngomuntu afumitidwa
25 okufa bwasinda. Era ndisitula emikono gya ka-
baka Webabuloni, nemikono gya Falao girika;
awo balimanya nga nze Mukama, bwenditeka
ekitala kyange mu mukono gwa kabaka Webabu-
26 loni, naye alikigololera kunsi Yemisiri. Era
ndisasanyiza Abamisiri mu mawanga nembatata-
ganyiza munsi (nyingi); awo balimanya nga
nze Mukama.

31

1 Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nogumu
mu (mwezi) ogwokusatu ku (lunaku) olwomwezi
olwoluberyeberye ekigambo kya Mukama neki-
2 njijira nga kyogera nti Omwana womuntu, gamba
Falao kabaka Wemisiri nolufulube lwabantube

nti Ofanana ani mu bukulubwo? Laba, Omwa- 3
suli yali muvule ku Lebanoni ogwamatabi
amalungi, era ogwekisanikira ekyekisikirize, era
muwanvu; nobusongezobwe bwali mu matabi
amaziivu. Ama'zi gamulisanga, enyanja yamu- 4
kuza: emigagye gyakulukuta okwetolola olusu-
kulwe; era yatusa ensalosaloze eri emiti gyona
egyomutale. Obuwanvubwe kyebwava bugulu- 5
mizibwa okusinga emiti gyona egyomutale;
namatabige negala, ensibukaze nezala, amatabige
negawanvuwa olwama'zi amangi, bweyagasula.
Enyonyi zona ezomubanga nezizimba ebisu byazo 6
mu matabige, nensolo zona ezomunsiko nezizalira
abana bazo wansi wamatabige, namawanga gona
amakulu negabera wansi wekisikirizekye. Bwatyo 7
naba mulungi mu bukulubwe, olwokuwanvuwa
kwamatabige: kubanga emizigye gyali awali
ama'zi amangi. Emivule egyomulusuku lwa 8
Katonda tegyainza kumukweka: emiberosi nga
tegyenkana matabige, nemyalamoni nga tegi-
fanana nsibukaze; songa tewali muti mu lusuku
lwa Katonda ogumwenkana obulungibwe. Namu- 9
fula mulungi olwolufulube lwamatabige: emiti
gyona egyomu Adeni egyali mu lusuku lwa
Katonda nokukwatibwa negimukwatirwa obugya.
Mukama Katonda kyeyava ayogera bwati nti 10
Kubanga ogulumizibwa obuwanvu, era atade
obusongezobwe mu matabi amaziivu, nomuti-
magwe gusitulidwa olwobugulumivubwe; okuwa 11
ndimuwayo mu mukono gwowamanyi ku
mawanga; talirema kumubonereza: mugobye
olwobubibwe. Era banagwanga, abentisa abomu- 12
mawanga, bamumazewo, bamulesewo: amatabige
gagude ku nsozi ne mu biwonvu byona, nensi-
bukaze zimenyekede ku nsalosalo zona ezomunsi;
namawanga agomunsi gase okuva mu kisikiri-
zekye, era bamulesewo. Enyonyi zona ezomu- 13

banga ziritula ku bibye ebyagwa, nensolo zona
14 ezomunsiko ziribera ku matabige: waleme okubawo ku miti gyona egiri ku mabali gama'zi nogumu ogulyegulumiza olwobuwanvu bwagyo, era gireme okuteka obusongezo bwagyo mu matabi amaziivu, negyagyo egyamanyi gireme okuimirira mu bugulumivu bwagyo, gyona eginywa ama'zi: kubanga gyona giweredwayo eri okufa, eri enjuwi ezensi eza wansi, wakati mu bana babantu, wamu nabo abaka mu kinya.

15 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ku lunaku lweyaka mu magombe, naleta ekiwubalo: namubi'kira ku nyanja, nenziiza emiga gyayo, nama'zi amangi negaimirizibwa: nempubaza Lebanoni kululwe, emiti gyona
16 egyomutale negiyongobera kululwe. Nakankanya amawanga olwedobozi eryokugwakwe, bwenamusula mu magombe wamu nabo abaka mu kinya: emiti gyona egyomu Adeni, emironde egya Lebanoni egisinga obulungi, gyona eginywa ama'zi, negisanyusibwa mu njuwi ezensi
17 eza wansi. Era nagyo negika mu magombe wamu naye eri abo abatibwa nekitala; wewawo, abo ababanga omukonogwe, abatulanga wansi wekisikirizekye wakati mu mawanga.

18 Ofanana ani bwotyo ekitibwa nobukulu mu miti egyomu Adeni? era naye olisibwa wamu nemiti egyomu Adeni mu njuwi ezensi eza wansi: oligalamira wakati mu batali bakomole, wamu nabo abatibwa nekitala. Oyo ye Falao nolufulube lwabantube bona, bwayogera Mukama Katonda.

32

1 Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nebiri, mu mwezi ogwekumi nebiri ku (lunaku) olwomwezi olwoluberyeberye ekigambo kya Mukama

nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, tanula okukungubagira Falao kabaka Wemisiri omugambe nti Wafananyizibwa empologoma ento eyomumawanga : era naye oli ngogusota oguli mu nyanja ; nowaguza wamu nemigagyo, notabangula ama'zi nebigerebyo, noyonona emiga gyago. Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ndikusulako omugonjo gwange nekibina ekyamawanga amangi ; era balikuvuba nomugonjo gwange. Era ndikuleka ku lukalu nenkusula ku tale ebweru, nenkugwisako enyonyi zona ezomubanga, nawe ndikukusa ensolo ezomunsi zona bwezenkana. Era nditeka omubirigwo ku nsozi nenjijuza ebiwonvu obugulumivubwo. Era ndifukirira ensi gyowugamu nomusaigwo, okutuka ne ku nsozi ; nensalosalo zirikujula. Awo bwendikumalawo, ndibika ku gulu nenfula emunyenye zamu okubako ekizikiza ; era ndibika ekire ku njuba, so nomwezi tegulireta kwaka kwagwo. Etabaza zona ezomugulu ezakayakana ndiziretako ekizikiza waguluwo, nenteka ekizikiza kunsiyo, bwayogera Mukama Katonda. Era ndyeralikiriza emitima gyamawanga amangi, bwenditusa okuzikirirakwo mu mawanga, munsi zotomanyanga. Wewawo, ndikusamaliriza amawanga mangi, ne bakabaka babwe balitya nyo nyini kululwo, bwendigalula ekitala kyange mu maso gabwe ; era balikankana buli kasera, buli muntu ngakankanira obulamubwe ye, ku lunaku olwokugwakwo. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ekitala kya kabaka Webabuloni kirituka kugwe. Ndigwisa olufuluberwo nebitala ebyabamanyi ; bona ba ntisa ba mu mawanga : era balinyaga amalala ga Misiri, nolufulube lwayo lwona lulizikirizibwa. Ndizikiriza ensolo zayo zona okuva awali amazi amangi ; so nekigere kyabantu tekirigatabangula

2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13

nate, so nebinulo ebyensolo tebirigatabangula.
14 Awo nendyoka ntangaliza ama'zi gabwe, nenku-
lukusa emiga gyabwe ngamafuta, bwayogera
15 Mukama Katonda. Bwendirekesawo ensi Yemi-
siri nengizisa, ensi eterimu ebyo byeyajulanga,
bwendifumita abo bona abalimu, awo nebalyoka
16 bamanya nga nze Mukama. Kuno kwe kukungu-
baga kwebalikungubaga; abawala abamawanga
balikungubaga bwebatyo: balikungubagira Misi-
ri nolufulube lwamu lwona bwebatyo, bwayogera
Mukama Katonda.
17 Era olwatuka mu mwaka ogwekumi nebiri ku
(lunaku) olwomwezi olwekumi netano ekigambo
kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti
18 Omwana womuntu, kubira ebiwobe olufulube
lwa Misiri, obasule wansi, ye nabawala abama-
wanga agayatikirira, mu njuwi ezensi eza wansi,
19 wamu nabo abaka mu kinya. Osinga ani obu-
lungi? serengeta otekebwe wamu nabatali bako-
20 mole. Baligwa wakati mwabo abatibwa nekitala:
aweredwayo eri ekitala: mugyewo nolufuluberwe
21 lwona. Abamanyi abobuinza balyogera naye nga
baima wakati mu magombe wamu nabo abamu-
bera: baserengese, bagalamide, basirise, abatali
22 bakomole abatibwa nekitala. Asuli ali eyo neki-
binakye kyona; amalaloge gamwetolode: bona
23 batidwa, bagude nekitala: amalalo gabwe gate-
kebwa mu njuwi ezekinya ezikomererayo, neki-
binakye kyetolode amalaloge: bona batidwa,
bagude nekitala, abaletanga entisa munsi eyaba-
24 lamu. Eriyo Eramu nolufuluberwe lwona nga
betolode amalaloge: bona batidwa, bagude neki-
tala, abase nga si bakomole mu njuwi ezensi eza
wansi, abaletanga entisa yabwe munsi eyabalamu,
nebabako ensonyi zabwe wamu nabo abaka mu
25 kinya. Bamusimbide ekitanda wakati mwabo
abatidwa wamu nolufuluberwe lwona; amala-

loge gamwetolode : bona batali bakomole, abatidwa nekitala ; kubanga entisa yabwe yaletebwanga munsi eyabalamu, nebabako ensonyi zabwe wamu nabo abaka mu kinya : atekedwa wakati mwabo abatidwa. Eriyo Meseka, Tubali, 26
nolufuluberwe lwona ; amalaloge gamwetolode : bona batali bakomole, abatidwa nekitala ; kubanga baletanga entisa yabwe munsi eyabalamu. So tebaligalamira wamu nabamanyi abagude ku 27
batali bakomole, abase mu magombe nga balina ebyokulwanyisa byabwe nebitala byabwe nga bitekedwa ku mitwe gyabwe, nobutali butukirivu bwabwe buli ku magumba gabwe ; kubanga (babanga) ntisa eri abamanyi munsi eyabalamu. Naye olimenyekera wakati mu batali bakamole, 28
era oligalamira wamu nabo abatidwa nekitala. Eriyo Edomu, bakababakabe nabakungube, abate- 29
kebwa mu manyi gabwe awamu nabo abatidwa nekitala : baligalamira nabatali bakomole nabo abaka mu kinya. Eriyo abalangira abebukika 30
obwa kono, bona, Nabasidoni bona, abase nabo abatidwa ; newakubade nga baleta entisa olwamanyi gabwe, bakwatidwa ensonyi ; era bagalamide nga si bakomole wamu nabo abatidwa nekitala, nebabako ensonyi zabwe wamu nabo abaka mu kinya. Falao alibalaba, nasanyusibwa olwo- 31
lufuluberwe lwona : Falao negyerye lyona abatidwa nekitala, bwayogera Mukama Katonda. Kubanga ntade entisaye munsi eyabalamu : era 32
alitekebwa wakati mu batali bakomole wamu nabo abatidwa nekitala, ye Falao nolufuluberwe lwona, bwayogera Mukama Katonda.

33

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, yogera nabana 2
babantubo obagambe nti Bwendetanga ekitala

kunsi, abantu abomunsi bwebagyanga omusaja
wakati mubo nebamutekawo okuba omukumi
3 wabwe: bwalaba ekitala nga kija kunsi, obanga
4 afuwa ekondere nalabula abantu; awo buli awu-
lira okuvuga kwekondere natalabuka, ekitala
bwekija nekimugyawo, awo omusaigwe gunabanga
5 ku mutwegwe ye. Awulide okuvuga kwekondere
natalabuka; omusaigwe gunabanga kuye: naye
6 singa alabuse yandiwonyeza ememeye. Naye
omukumi bwalabanga ekitala nga kija, natafuwa
kondere, abantu nebatalabulwa, ekitala nekija,
nekigya mubo omuntu yena; awo ngagyidwawo
mu butali butukirivubwe, naye omusaigwe ndigu-
7 vunana mu mukono gwomukumi. Nawe bwotyo,
omwana womuntu, nkutadewo okuba omukumi
eri enyumba ya Isiraeri; kale, owuliranga eki-
gambo eri akamwa kange, obawenga okulabula
8 okuva gvendi. Bwengambanga omubi nti Ai
omubi, tolirema kufa, notoyogera kulabula omubi
okuva mu kubolye; omuntu oyo omubi alifira
mu butali butukirivubwe, naye omusaigwe ndi-
9 guvunana mu mukonogwo. Era naye bwolabu-
langa omubi ekubolye okukyuka okulivamu, na-
takyuka okuva mu kubolye; alifira mu butali
butukirivubwe, naye gwe ngowonyeza ememeyo.
10 Nawe, omwana womuntu, gamba enyumba ya
Isiraeri nti Mwogera bwemuti nti Okusobya
kwafe nokwonona kwafe kuli kufe, era tuyongo-
berera mukwo; kale twandibade tutya abalamu?
11 Bagambe nti Nga bwendi omulamu, bwayogera
Mukama Katonda, sirina sanyu lyensanyukira
okufa kwomubi: wabula omubi akyuke ave mu
kubolye abere omulamu: mukyuke, mukyuke
okuva mu makubo gamwe amabi; kubanga mwa-
12 galira ki okufa, ai enyumba ya Isiraeri? Nawe,
omwana womuntu, gamba abana babantubo nti
Obutukirivu obwomutukirivu tebulimuwonyeza

ku lunaku olwokusobyakwe ; nobubi obwomubi
tebulimugwisa ku lunaku lwakyuka okuleka obu-
bibwe : so noyo alina obutukirivu taliinza kuba
mulamu olwobwo ku lunaku lwayonona. Bwe- 13
ngamba omutukirivu nga talirema kuba mula-
mu ; bwanesiganga obutukirivubwe, nakola obu-
tali butukirivu, tewaliba ku bikolwabye ebyobu-
tukirivu ebirijukirwa ; naye mu butali butukiri-
vubwe bwakoze omwo mwalifira. Nate bwe- 14
ngamba omubi nti Tolirema kufa ; bwanakyu-
kanga okuleka okwononakwe nakola ebyo ebyala-
girwa ebyensonga ; omubi bwazangayo omusingo, 15
nakomyawo ekyo kyeyanyaga, natambulira mu
mateka agobulamu, nga taliko butali butukirivu
bwakola ; talirema kuba mulamu, talifa. Tewa- 16
liba ku bibibye byeyakola ebirijukirwa eri ye :
akoze ebyo ebyalagirwa ebyensonga ; talirema
kuba mulamu. Era naye abana babantubo bo- 17
gera nti Ekubo lya Mukama teryenkanankana :
naye bo ekubo lyabwe lye litenkanankana. Omu- 18
tukirivu bwakyukanga okuleka obutukirivubwe
nakola obutali butukirivu, nokufa alifira omwo.
Era omubi bwakyukanga okuleka obubibwe na- 19
kola ebyo ebyalagirwa ebyensonga, aliba mulamu
olwebyo. Era naye mwogera nti Ekubo lya 20
Mukama teryenkanankana. Ai enyumba ya
Isiraeri,ndibasalira omusango buli muntu ngama-
kuboge bwegali.

Awo olwatuka mu mwaka ogwekumi nebiri 21
ogwokusibibwa kwafe, mu (mwezi) ogwekumi ku
(lunaku) olwomwezi olwokutano omu eyali awonye
mu Yerusalemi naja gyendi ngayogera nti Eki-
buga kikubidwa. Awo omukono gwa Mukama 22
gwali nga gubade kunze akawungezi, ye awonye
nga tanaja ; era yali ayasamiza akamwa kange
okutusa lweyaja gyendi enkya ; akamwa kange
nekayasama, nesiba kasiru nate. Awo ekigambo 23

24 kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, abo abali mu bifo ebyo ebyazika ebyomunsi ya Isiraeri bogera nti Ibulaimu yali omu, naye nasikira ensi : naye fe tuli bangi ; ensi etu-
25 weredwa okuba obusika. Kale obagambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Mulya ekirimu omusai, nemuimusa amaso gamwe eri ebifananyi byamwe nemuyiwa omusai, era muli-
26 rya ensi? Muima ku kitala kyamwe, mukola ebyemizizo, nemwonona buli muntu mukazi wa
27 mune : era mulirya ensi? Bwoti bwoba obagamba nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Nga bwendi omulamu, mazima abo abali mu bifo ebyazika baligwa nekitala, noyo ali mu tale ebweru ndimuwayo eri ensolo okulibwa, nabo abali mu bigo ne mu mpuku balifa kawumpuli.
28 Era ndifula ensi okuba amatongo nekyewunyo, namalala agobuinza bwayo galikoma ; nensozi za Isiraeri zirirekebwawo, omuntu yena aleme okui-
29 tamu. Awo nebalyoka bamanya nga nze Mukama, bwendiba nga nfude ensi okuba amatongo nekyewunyo olwemizizo gyabwe gyona gyeba-
30 koze. Nawe, omwana womuntu, abana babantubo bakwogerako awali ebisakate ne mu miryango egyenyumba, nebagambagana, buli muntu ngagamba mugandawe nti Muje, mbegairide,
31 muwulire ekigambo ekivude eri Mukama. Nebaja gyoli ngabantu bwebaja, nebatula mu masogo ngabantu bange, nebawulira ebigambo byange naye nebatabikola : kubanga bolesa okwagala kungi na kamwa kabwe, naye omutima gwabwe gugobe-
32 rera amagoba gabwe. Era, laba, oli gyebali ngoluimba olulungi enyo olwomuntu alina edobozi erisanyusa enyo, era amanyi okukuba obulungi enanga : kubanga bawulira ebigambobyo, naye
33 nebatabikola. Awo ebyo bwebiritukirira [laba, bija], awo nebalyoka bamanya nga nabi abade mubo.

34

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, balagulireko 2
abasumba ba Isiraeri, olagule obagambe, ogambe
abasumba nti Bwati bwayogera Mukama Katonda
nti Zibasanze abasumba ba Isiraeri aberisa boka!
abasumba tebandirisiza ndiga? Mulya masavu, 3
nemwambala ebyoya, nemuta ebya sava; naye
nemutalisa ndiga. Eteinza temugisangamu manyi, 4
so temuwonyanga erwade, so temusibanga eme-
nyese, so temukomyangawo egobedwa, so temu-
nonyanga ebuze; naye mwazifuganga namanyi
namawagali. Nezisasana olwobutabawo mu- 5
sumba: neziba kya kulya eri ensolo zona ezo-
munsiko nezisasana. Endiga zange zabulubu- 6
tira ku nsozi zona ne ku buli kasozi akawanvu;
wewawo, endiga zange zasasanira ku maso getaka
lyona; so tewali eyazinonya newakubade okuzi-
buliriza. Kale, mwe abasumba, muwulire eki- 7
gambo kya Mukama: Nga bwendi omulamu, 8
bwayogera Mukama Katonda, mazima kubanga
endiga zange zafuka muigo, era endiga zange
zafuka kya kulya eri ensolo zona ezomunsiko
olwobutabawo musumba, so nabasumba bange
tebanonya' ndiga zange, naye abasumba neberisa
boka nebatalisa ndiga zange; kale, mwe aba- 9
sumba, muwulire ekigambo kya Mukama; bwati 10
bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi
mulabe wa basumba; era ndivunana endiga
zange mu mukono gwabwe, nembalekesayo okulisa
endiga; so nabasumba tebalyerisa boka nate; era
ndiwonya endiga zange mu kamwa kabwe zireme
okuba ekyokulya eri bo. Kubanga Mukama 11
Katonda bwayogera bwati nti Laba, nze mwene,
nze ndinonya endiga zange, nenzibuliriza. Ngo- 12
musumba bwabuliriza ekisibokye ku lunaku

lwabera mu ndigaze ezisasanye, bwentyo bwendibuliriza endiga zange; era ndiziwonya mu bifo byona gyezasasanira ku lunaku olwebire olweki-
13 zikiza. Era ndizigya mu mawanga, nenzikunganya okuzigya munsi (nyingi), nenzireta munsi yazo zo; era ndizirisiza ku nsozi za Isiraeri ku lubalama lwensalosalo zamazi ne mu
14 bifo byona ebiberwamu ebyensi. Ndizirisa omudo omulungi, era ku nsozi ezentiko ya Isiraeri kwe kuliba ekisibo kyabwe: eyo gyezirigalamira mu kisibo ekirungi, nezirira omudo omu-
15 gimu ku nsozi za Isiraeri. Nze mwene ndirisa endiga zange nenzigalamiza, bwayogera Mukama
16 Katonda. Ndinonya ekyo ekibuze nenkomyawo ekyo ekigobedwa nensiba ekimenyese nenzisamu amanyi mwekyo ekirwade: nebya sava nebyamanyi ndibizikiriza; ndibirisa nomusango.
17 Namwe, ekisibo kyange, bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, nsala omusango ogwensolo nensolo, ogwendiga enume era nembuzi enu-
18 me. Mukiita kigambo kitono nga mwalya omudo omulungi, naye nekibagwanira nokulinyirira nebigere byamwe omudo gwamwe ogwafikawo? era nga mwanywa amazi amatefu, naye nekibagwanira nokutabangula nebigere byamwe agafi-
19 sewo? Nendiga zange zirya ebyo byemulinyiride nebigere byamwe nezinywa ago gemutabangude nebigere byamwe.
20 Mukama Katonda kyava abagamba bwati nti Laba, nze, nze mwene, ndisala omusango ogwe-
21 nsolo eza sava nogwensolo enkovu. Kubanga musindisa embirizi nebibegabega, nemutomeza ezirwade zona amayembe gamwe okutusa lwe-
22 muzisasanyiza dala; kyendiva mponya ekisibo kyange, so teziriba nate muigo; nange ndisala
23 omusango ogwensolo nensolo. Era ndisawo kuzo omusumba omu, naye alizirunda, omudu

wange Daudi; yalizirunda, era yaliba omusumba wazo. Nange Mukama ndiba Katonda wabwe, nomudu wange Daudi (aliba) mulangira mubo; nze Mukama nkyogede. Era ndiragana nabo endagano eyemirembe, era ndikomya munsi ensolo embi: awo balitula mu lukola nga tebaliko kyebatya, nebebakira mu bibira. Era ndibafula omukisa nebifo ebyetolode olusozi lwange; era nditonyesa oluwandagirize mu ntuko zalwo; walibawo empandagirize ezomukisa. Nomuti ogwomutale gulibala ebibala byagwo, netaka lirireta ekyengera kyalyo, nabo baliba munsi yabwe nga tebaliko kyebatya; awo balimanya nga nze Mukama, bwendiba nga maze okumenya ebisiba ebyekikoligo kyabwe, era nga mbawonyeza mu mukono gwabo ababafula abadu. So tebaliba muigo nate eri abamawanga, so nensolo eyomunsi teribalya; naye balitula nga tebaliko kyebatya so tewaliba alibatisa. Era ndibaimusiza olusuku olwokwatikirira, so tebalimalibwawo nate nenjala munsi, so tebalibako nsonyi za bamawanga nate. Awo balimanya nga nze Mukama Katonda wabwe ndi wamu nabo, era nga bo, enyumba ya Isiraeri, be bantu bange, bwayogera Mukama Katonda. Namwe, endiga zange, endiga ezomudundiro lyange, muli bantu, nange ndi Katonda wamwe, bwayogera Mukama Katonda.

24 25 26 27 28 29 30 31

35

Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira nga kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo okwolekera olusozi Seira, olulagulireko, olugambe nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabewo, ai olusozi Seira, era ndikugololerako omukono gwange, era ndikufula okuba amatongo nekyewunyo. Ndizisa ebibuga-

1 2 3 4

byo, nawe oliba ngolekedwawo; awo olimanya
5 nga nze Muk ama. Kubanga wabanga nobulabe
obutag wawo, nowayo abana ba Isiraeri eri obuinza
obwek itala mu biro mwebalabira enaku, mu biro
6 ebyobutali butukirivu obwenkomerero: kale,
nga bwendi omula mu, bwayogera Mukama Kato-
nda, kyendiva nk utekeratekera omusai, nomusai
gulikucoca: kuba nga tewakyawa musai, omusai
7 kyeguliva gu k ucoca. Bwentyo ndifula olusozi
Seira okuba ekyewunyo namatongo; era ndima-
8 lawo okwo oyo aitamu noyo akomawo. Era ndi-
juza ensozi zayo abayo abatibwa: abatibwa
nekitala baligwa ku nsozizo ne mu biwonvubyo
9 ne mu nsalosalozo zona. Ndikufula amatongo
agataligwawo, so nebibugabyo tebiritulwamu:
10 awo mulimanya nga nze Mukama. Kubanga
wayogera nti Amawanga gano gombi nensi zino
zombi biriba byange, nafe tuligirya; naye Mu-
11 kama yali eyo: kale, nga bwendi omulamu,
bwayogera Mukama Katonda, ndikola ngobusu-
ngubwo bwebuli era ngobugyabwo bwebuli bwe-
walaga okuva mu kukyawa kwewabakyawa; era
ndyemanyisa mubo, bwendikusalira omusango.
12 Awo olimanya nga nze Mukama mpulide okuvo-
lakwo kwona kwewavola eri ensozi za Isiraeri,
ngoyogera nti Zirekedwawo, ziweredwa fe okuzi-
13 rya. Era mwanegulumirizako nakamwa kamwe, era
munyongedeko ebigambo byamwe: nze mpulide.
14 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Etaka
15 lyona bweririsanyuka, gwe ndirekesawo. Nga
bwewasanyukira obusika obwenyumba ya Isi-
raeri kubanga bwalekebwawo, bwentyo bwendi-
kukola gwe: oliba ngolekedwawo, ai olusozi
Seira ne Edomu yona, yona bweyenkana: awo
balimanya nga nze Mukama.

36

Nawe, omwana womuntu, lagula ensozi za Isiraeri oyogere nti Mwe ensozi za Isiraeri, muwulire ekigambo kya Mukama. Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga omulabe abogedeko nti Nyenya! era nti Ebifo ebigulumivu ebyeda byafe, tubiride: kale lagula oyogere nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga, kubanga babalekesezawo, era babalide enjuwi zona, amawanga agafisewo gabalye, era musitulidwa mu mimwa gyabogezi ne mu bigambo ebibi ebyabantu: kale, mwe ensozi za Isiraeri, muwulire ekigambo kya Mukama Katonda; bwati Mukama Katonda bwagamba ensozi nobusozi, ensalosalo nebiwonvu, amatongo agazika nebibuga ebyalekebwawo, ebifuse omuigo nekyokusekererwa eri amawanga agafisewo agetolode: Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Mazima njogerede mu muliro ogwobugya bwange eri amawanga agafisewo neri Edomu yona abetekedewo ensi yange okugirya, omutima gwabwe gwona nga gusanyuse, ememe yabwe ngeriko ekyejo, okugisula okuba omuigo: kale lagula ebyensi ya Isiraeri ogambe ensozi nobusozi, ensalosalo nebiwonvu, nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, njogezeza obugya bwange nekiruwi kyange, kubanga mwabangako ensonyi ezabamawanga: Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Nyimusiza omukono gwange (nga njogera nti) Mazima abamawanga agabetolode abo be balibako ensonyi zabwe. Naye mwe, ai ensozi za Isiraeri, mulisula amatabi gamwe, nemubalira abantu bange Isiraeri ebibala byamwe; kubanga banatera okuja. Kubanga, laba, nze ndi kulwamwe, era ndikyukira gyemuli, namwe mulirimibwa, mulisigibwa: era ndyaliza abantu kumwe,

enyumba yona eya Isiraeri, yona bweyenkana: nebibuga biritulwamu namatongo galizimbibwa:
11 era ndyaza kumwe abantu nensolo; era balyeyongera, balizala: era ndibawa okutulwako, nga mumaze okuba bwemutyo, era ndibakola bulungi okusinga (bwenakola) mu kusoka kwamwe: awo
12 mulimanya nga nze Mukama. Wewawo, ndita-mbuliza kumwe abantu, abantu bange Isiraeri; era balikulya, nawe oliba busika bwabwe, so toli-
13 bafirisa nate abana okuva lero. Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kubanga babagamba nti Gwe (ensi), oli muli wa bantu, era wafirisa-
14 nga egwangalyo; kyoliva olema okulya abantu nate, so tolifirisa nate egwangalyo, bwayogera
15 Mukama Katonda; so sirikuganya nate okuwulira ensonyi zabamawanga, so tolibako nate kuvumibwa kwa bantu, so tolyesitaza nate gwangalyo, bwayogera Mukama Katonda.
16 Era nate ekigambo kya Mukama nekinjijira
17 nga kyogera nti Omwana womuntu, enyumba ya Isiraeri bwebātulanga munsi yabwe, bāgyonona olwekubo lyabwe nolwebikolwa byabwe: ekubo lyabwe mu maso gange lyabanga ngobutali bulo-
18 ngofu bwa mukazi mu kweyawulakwe. Kyenava mbafukako ekiruwi kyange, olwomusai bo gwebali bafuse kunsi, era kubanga bali bagyono-
19 nye nebifananyi byabwe: nembasasanyiza mu mawanga nebatataganira munsi (nyingi): nabasalira omusango ngekubo lyabwe bweryali era
20 ngebikolwa byabwe bwebyali. Awo bwebatuka mu mawanga gyebagenda, nebavumisa erinya lyange etukuvu; kubanga abantu babogerangako nti Bano bantu ba Mukama, era bavude munsiye.
21 Naye nensasira erinya lyange etukuvu enyumba ya Isiraeri lyebali bavumisiza mu mawanga gye-
22 bagenda. Kale gamba enyumba ya Isiraeri nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Sikola

(kino) kulwamwe, ai enyumba ya Isiraeri, naye
kulwerinya lyange etukuvu lyemuvumisiza mu
mawanga gyemwagenda. Era nditukuza erinya 23
lyange ekulu eryavumisibwa mu mawanga, mwe
lyemuvumisiza wakati mugo; awo amawanga
galimanya nga nze Mukama, bwayogera Mukama
Katonda, bwenditukuzibwa mumwe mu maso
gabwe. Kubanga ndibagya mu mawanga, ne- 24
mbakunganya okubagya munsi zona, nembai-
ngiza munsi yamwe mwe. Era ndibamansirako 25
ama'zi amalungi, era muliba balongofu: ndiba-
longosa mu mpitambi yamwe yona ne mu
bifananyi byamwe byona. Era ndibawa nomu- 26
tima omugya, nenteka omwoyo omugya munda
yamwe: era ndigya omutima ogwejinja mu
mubiri gwamwe nembawa omutima ogwe-
nyama. Era nditeka omwoyo gwange mu- 27
nda yamwe, nembatambuliza mu mateka gange,
era mulikwata emisango gyange nemugikola.
Awo mulibera munsi gyenawa bajaja bamwe; 28
namwe muliba bantu bange, nange ndiba Kato-
nda wamwe.

Era ndibawonya mu butali bulongofu bwa- 29
mwe bwona: era ndiita engano, nengyaza, so
siribaletako njala. Era ndyaza ebibala ebyemiti, 30
nekyengera ekyomunimiro, muleme okuwebwa
nate ekivume ekyenjala mu mawanga. Awo 31
nemulyoka mujukira amakubo gamwe amabi
nebikolwa byamwe ebitali birungi; awo mulye-
tamwa mu maso gamwe mwe olwobutali butu-
kirivu bwamwe nolwemizizo gyamwe. Sikola 32
(kino) kulwamwe, bwayogera Mukama Kato-
nda, mukimanye: mukwatirwe ensonyi ama-
kubo gamwe, muswale, ai enyumba ya Isiraeri.
Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ku 33
lunaku lwendibanalizako obutali butukirivu
bwamwe bwona, ndituza abantu mu bibuga,

34 namatongo galizimbibwa. Nensi eyalekebwa-
ngawo eririmibwa, naye yabanga nsiko mu maso
35 gabo bona abaitawo. Awo balyogera nti Ensi
eno eyalekebwangawo efuse ngolusuku Adeni;
nebibuga ebyazika ebyalekebwawo ebyagwa biko-
36 ledwako enkomera, abantu nebabitulamu. Awo
amawanga agasigade okubetolola negalyoka ga-
manya nga nze Mukama nzimbye ebifo ebyagwa
nensimba ekyo ekyalekebwawo: nze Mukama
nkyogede, nange ndikikola.
37 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Era
njagala enyumba ya Isiraeri okumbuzanga ekyo
okukibakolera; ndibongerako abantu ngekisibo.
38 Ngekisibo ekya sadaka, ngekisibo ekya Yerusa-
lemi mu mbaga zakyo ezalagirwa; ebibuga eby-
azika bwebirijula bwebityo ebisibo ebyabantu:
awo balimanya nga nze Mukama.

37

1 Omukono gwa Mukama gwali kunze, nantwala
nanfulumiza mu mwoyo gwa Mukama, nanzisa
wakati mu kiwonvu; awo nga kijude amagu-
2 mba; nagampisako okugetolola: awo, laba, nga
mangi nyo mu kiwonvu mu banga; era, laba,
3 makalu nyo. Nangamba nti Omwana womuntu,
amagumba gano gainza okuba amalamu? Nenzi-
4 ramu nti Ai Mukama Katonda, gwomanyi. Na-
ngamba nate nti Lagulira ku magumba gano
ogagambe nti Ai mwe amagumba amakalu, mu-
5 wulire ekigambo kya Mukama. Bwati Mukama
Katonda bwagamba amagumba gano nti Laba,
ndiingiza omuka mumwe, awo muliba balamu.
6 Era ndibatekako ebinywa, era ndireta enyama
kumwe, nembabikako ediba, nembatekamu omu-
ka, awo muliba balamu; awo mulimanya nga
7 nze Mukama. Awo nendagula nga bwenala-
girwa: awo bwenali nga ndagula, newabawo

edobozi, era, laba, ekikankano kyensi, amagumba
negegata buli gumba negumba linalyo. Awo 8
nentunula, era, laba, nga kuliko ebinywa, omu-
biri neguja, ediba nerigabikako wagulu : naye
nga temuli muka mugo. Awo nangamba nti 9
Lagula empewo, lagula, omwana womuntu, oga-
mbe empewo nti Bwati bwayogera Mukama Ka-
tonda nti Jangu okuva eri empewo enya, ai
omuka, ofuwe ku bano abatibwa, babere abalamu.
Awo nendagula nga bweyandagira, omuka negu- 10
baingira, nebabera balamu, nebaimirira nebigere
byabwe, egye lingi nyo. Awo nangamba nti 11
Omwana womuntu, amagumba gano ye nyumba
yona eya Isiraeri : laba, bogera nti Amagumba
gafe gakaze, nesubi lyafe libuze ; tumalidwawo
dala. Kale lagula obagambe nti Bwati bwayo- 12
gera Mukama Katonda nti Laba, ndyasamya
amalalo gamwe, nembalinyisa okuva mu malalo
gamwe, ai abantu bange ; era ndibaingiza munsi
ya Isiraeri. Awo mulimanya nga nze Mukama, 13
bwendiba nga njasamiza amalalo gamwe, nemba-
linyisa okuva mu malalo gamwe, ai abantu
bange. Era nditeka omwoyo gwange mumwe, era 14
muliba balamu, era ndibateka munsi yamwe
mwe : awo mulimanya nga nze Mukama nkyo-
gede, era nokutukiriza nenkitukiriza, bwayogera
Mukama.

Ekigambo kya Mukama nekinjijira nate nga 15
kyogera nti Nawe, omwana womuntu, dira 16
omugo gumu, noguwandikako nti Gwa Yuda, era
gwa bana ba Isiraeri bane : nolyoka odira omugo
omulala noguwandikako nti Gwa Yusufu, omugo
gwa Eferaimu, era (gwa) nyumba yona eya Isi-
raeri bane : awo ogyegatire gyombi okuba omugo 17
ogumu, gibere ogumu mu mukonogwo. Awo 18
abana babantubo bwebalyogera nawe nga bagamba
nti Totunyonyole makulu bwegali goleta na gino ?

19 nobagamba nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndidira omugo gwa Yusufu, oguli mu mukono gwa Eferaimu, nebika bya Isiraeri bane ; era ndibateka wamu nagwo, wamu nomugo gwa Yuda, nembafula omugo gumu, awo
20 nebaba gumu mu mukono gwange. Nemigo gyowandikako giriba mu mukonogwo mu maso
21 gabwe. Nobagamba nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndigya abana ba Isiraeri wakati mu mawanga, gyebagenda, nembakunganyiza enjuwi zona, nembaleta munsi yabwe
22 bo : awo ndibafula egwanga erimu munsi ku nsozi za Isiraeri ; era kabaka omu yaliba kabaka wabwe bona : so tebaliba nate mawanga abiri, so tebalyawulibwa nate okuba obwakabaka bubiri
23 na katono : so tebalyeyonona nate nebifananyi byabwe newakubade nebintu byabwe ebyemizizo newakubade nokusobya kwabwe kwona : naye ndibalokola okuva mu nyumba zabwe zona, mwebakoleranga ebibi, nembalongosa : awo bwebatyo baliba bantu bange, nange ndiba Katonda
24 wabwe. Nomudu wange Daudi yaliba kabaka wabwe ; era bona baliba nomusumba omu : era nokutambula balitambulira mu misango gyange
25 nebakwata amateka gange nebagakola. Era balibera munsi gyenawa Yakobo omudu wange, bajaja bamwe mwebabera ; awo balibera omwo, bo nabana babwe nabana babana babwe, emirembe gyona : era Daudi omudu wange yaliba
26 omulangira wabwe emirembe gyona. Era nate ndiragana nabo endagano eyemirembe, eriba ndagano eterigwawo gyebali : era ndibatekawo nembāza, era nditeka awatukuvu wange wakati
27 mubo emirembe gyona. Era newema yange eriba nabo ; nange ndiba Katonda wabwe, nabo baliba
28 bantu bange. Awo amawanga galimanya nga nze Mukama atukuza Isiraeri, awatukuvu

wange bwewalibera wakati mubo emirembe gyona.

38

Awo ekigambo kya Mukama nekinjijira nga 1
kyogera nti Omwana womuntu, simba amasogo 2
okwolekera Goga owomunsi ya Magoga, omulangira wa Losi, Meseka, ne Tubali, omulaguli-reko, oyogere nti Bwati bwayogera Mukama 3
Katonda nti Laba, ndi mulabewo, ai Goga, omulangira wa Losi, Meseka, ne Tubali: era ndi- 4
ku'zayo, nenteka amalobo mumbazo, era ndikufulumya negyeryo lyona, embalasi nabasaja abebagade embalasi, bona nga bambade ebyokulwanyisa ebyatukirira, ekibina ekinene, nga balina obugabo nengabo, bona nga bakute ebitala: Obuperesi, 5
Kusi, ne Puti nga bali wamu nabo; bona nga balina engabo nenkufira: Gomera negyerye 6
lyona; enyumba ya Togalama, mu njuwi ezensi ezikomererayo, negyerye lyona: amawanga mangi nga gali nawe. Bera nga wetesetese, wewawo, 7
wetegeke, gwe nebibinabyo byona abakunganide gyoli, obere omugabe gyebali. Enaku nyingi 8
nga ziisewo olijirwa: mu myaka egyenkomerero oliretebwa munsi ekomezebwawo okugigya mu kitala, ekunganyizibwa okuva mu mawanga amangi, ku nsozi za Isiraeri, ezabanga ensiko etevawo: naye egyibwa mu mawanga, era balitu'a nga tebaliko kyebatya, bona. Awo olyambuka 9
olija nga kibuyaga, oliba ngekire okubika kunsi, gwe negyeryo lyona namawanga mangi nga gali nawe. Bwati bwayogera Mukama Katonda nti 10
Olulituka ku lunaku olwo ebigambo birija mu mwoyogwo, era olisala olukwe olubi: awo olyo- 11
gera nti Ndyambuka munsi eyebyalo ebitaliko nkomera; ndigenda eri abo abegolode, abatula nga tebaliko kyebatya, bona nga baberera awo

awatali babugwe songa tebalina bisiba newaku-
12 bade enzigi: okunyaga omunyago nokunyaga
omuigo; okukyusiza omukonogwo ku bifo ebye-
nsiko ebitulwamu (kakano), nabantu abakunga-
nyizibwa okuva mu mawanga, abafunye ebisibo
13 nebintu, ababera wakati wensi zona. Seba ne
Dedani nabasubuzi Abetalasisi, wamu nempolo-
goma ento zayo zona, balikugamba nti Oze
kunyaga munyago? okunganyiza ekibinakyo ku-
nyaga muigo? okutwalira dala efeza nezabu,
okutwalira dala ensolo nebintu, okunyaga omu-
nyago mungi?
14 Kale, omwana womuntu, lagula ogambe Goga
nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ku
lunaku olwo abantu bange Isiraeri lwebalitula
15 nga tebaliko kyebatya, tolikimanya? Awo olija
ngova mu kifokyo mu njuwi ezebukika obwa
kono ezikomererayo, gwe namawanga mangi
wamu nawe, bona nga bebagade embalasi, ekibina
16 kinene, era egye dene: era olitabala abantu
bange Isiraeri, ngekire okubika kunsi; olulituka
mu naku ezoluvanyuma ndikutabaza ensi yange,
amawanga gakumanye, bwenditukuzibwa mugwe,
17 ai Goga, mu maso gabwe. Bwati bwayogera
Mukama Katonda nti Gwe wuyo gwenayogere-
rako eda mu badu bange banabi ba Isiraeri,
abalaguliranga emyaka (mingi) mu naku ezo nga
18 ndikusindika okubatabala bo? Awo olulituka
ku lunaku olwo Goga bwalitabala ensi ya Isi-
raeri, bwayogera Mukama Katonda, ekiruwi
19 kyange kiririnya mu nyindo zange. Kubanga
njogezeza obugya bwange nomuliro ogwobusungu
bwange nti Mazima ku lunaku olwo munsi ya
20 Isiraeri mulibamu okukankana okunene; ebye-
nyanja ebiri nu nyanja nenyonyi ezomubanga
nensolo ezomunsiko nebintu byona ebyewalula
ebyewalula ku taka nabantu bona abali ku maso

getaka nokukankana balikankanira okuja kwange, nensozi zirisulibwa, namabānga galigwa, na buli bugwe aligwa wansi. Awo ensozi zange zona 21
ndiziitira ekitala okumulwanyisa, bwayogera Mukama Katonda: ekitala kya buli muntu kirirwana ne mugandawe. Era ndiwoza naye ne 22
kawumpuli nomusai; era ndimutonyesako ne kugyerye ne ku mawanga amangi agali naye oluwandagirize olwanjala namainja amanene agomuzira nomuliro nekiberiti. Era ndyegulumiza 23
nenetukuza, era ndyemanyisa mu maso gamawanga amangi; awo balimanya nga nze Mukama.

39

Nawe, omwana womuntu, mulagulireko Goga 1
oyogere nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Laba, ndi mulabewo, ai Goga, omulangira wa
Losi, Meseka, ne Tubali: era ndiku'zayo, nenku- 2
twala mu maso nenkulinyisa okuva mu njuwi ezebukika obwa kono ezikomererayo; nenkutusa ku
nsozi za Isiraeri: era ndikuba omutegogwo 3
nengugya mu mukonogwo ogwa kono, nengwisa obusalebwo mu mukonogwo ogwadyo. Oligwa 4
ku nsozi za Isiraeri, gwe negyeryo lycna namawanga agali nawe: ndikuwayo eri enyonyi ezamadu ezengeri zona neri ensolo ezomunsiko okulibwa.
Oligwa ku tale mu banga: kubanga nze nkyo- 5
gede, bwayogera Mukama Katonda. Era ndi- 6
wereza omuliro ku Magoga, ne kwabo abatula ku bizinga nga tebaliko kyebatya: awo balimanya nga nze Mukama. Era ndimanyisa erinya lyange 7
etukuvu wakati mu bantu bange Isiraeri; so siriganya erinya lyange etukuvu okulivuma nate: awo amawanga galimanya nga nze Mukama, Omutukuvu mu Isiraeri. Laba, kija, era kirikolebwa, 8
bwayogera Mukama Katonda; luno lwe lunaku lwenayogerako. Nabo abatula mu bibuga bya 9

Isiraeri balifuluma, nebabisako omuliro ebyokulwanyisa, engabo era nobugabo, emitego nobusale, nemigo egyomumukono namafumu, balibisizako
10 omuliro emyaka musanvu: nokutyaba nebatatyaba nku mu tale so tebatema nku zona mu kibira; kubanga balibi'sako omuliro ebyokulwanyisa: era balinyaga abo ababanyaganga, era balibagyako abo ababagyangako, bwayogera Mukama Katonda.
11 Awo olulituka ku lunaku olwo ndiwa Goga ekifo ekyokuzikamu mu Isiraeri, ekiwonvu kyabo abaitamu ku luwi olwenyanja olwebuvanjuba: era kiriziiza abo abaitamu: era balimuzika eyo Goga nolufuluberwe lwona: awo
12 balikituma nti Kiwonvu Kamonigoga. Era enyumba ya Isiraeri balimala emyezi musanvu
13 nga babazika, balongose ensi. Wewawo, abantu bona abomunsi balibazika; era kiriba kya kāti gyebali ku lunaku lwendigulumizibwa, bwayo-
14 gera Mukama Katonda. Era balyawulamu abasaja okuba nomulimu ogwolutata, abanaitanga munsi okuzika abo abaliitamu, abalisigala ku maso gensi, okugirongosa: emyezi musanvu nga
15 giwedeko balinonya. Nabo abaita munsi baliitamu; awo omuntu yena bwanalabanga egumba lyomuntu, awo anasimbangako akabonero, okutusa abazīsi lwebalirizika mu kiwonvu Kamoni-
16 goga. Era walibawo ekibuga ekiritumibwa Kamona. Bwebatyo bwebalirongosa ensi.
17 Nawe, omwana womuntu, bwati bwayogera Mukama Katonda nti Yogera nenyonyi ezengeri zona na buli nsolo eyomunsiko nti Mukungane muje; mukungane enjuwi zona eri sadaka yange gyembawerayo, sadaka enene ku nsozi za Isiraeri,
18 mulye enyama, munywe omusai. Mulirya enyama eyabamanyi, nemunywa omusai gwabalangira abensi, ogwendiga enume nogwabana

bendiga nogwembuzi, nogwente enume, zona za sava eza Basani. Era mulirya amasavu nemukuta, nemunywa omusai nemutamira, ku sadaka yange gyembaweredeyo. Era mulikutira mu diro lyange embalasi namagali, abasaja abamanyi nabasaja bona abalwanyi, bwayogera Mukama Katonda. Era nditeka ekitibwa kyange mu mawanga, namawanga gona galiraba omusango gwange gwentukiri'za, nomukono gwange gwembatadeko. Awo enyumba ya Isiraeri balimanya nga nze Mukama Katonda wabwe okuva ku lunaku olwo nokweyongerayo. Namawanga galimanya ngenyumba ya Isiraeri bagenda mu busibe olwobutali butukirivu bwabwe; kubanga bansobya nembakisa amaso gange: awo nembawayo mu mukono gwabalabe babwe, nebagwa bona nekitala. Ngobutali bulongofu bwabwe bwebwali era ngokusobya kwabwe bwekwali, bwentyo bwenabakola; nembakisa amaso gange.

Mukama Katonda kyava ayogera bwati nti Kakano nakomyawo obusibe bwa Yakobo, nensasira enyumba yona eya Isiraeri; era ndikwatirwa erinya lyange etukuvu obugya. Era balibako ensonyi zabwe nokusobya kwabwe kwona kwebansobya, bwebalitula munsi yabwe nga tebaliko kyebatya songa tewali alibatisa; bwendiba nga mbakomezawo okubagya mu mawanga, era nga mbakunganyiza okuva munsi ezabalabe babwe, era nga ntukuzibwa mubo mu maso gamawanga mangi. Awo balimanya nga nze Mukama Katonda wabwe, kubanga nabasindika mu busibe mu mawanga, era nga mbakunganyiza munsi yabwe bo; so sirireka nate kubo okubera eyo; so siribakisa nate maso gange: kubanga nfuse omwoyo gwange ku nyumba ya Isiraeri, bwayogera Mukama Katonda.

40

1 Mu mwaka ogwamakumi abiri mwetano ogwokusibibwa kwafe omwaka nga kyeguje gutanule ku (lunaku) olwekumi olwomezi mu mwaka ogwekumi nena ekibuga nga kimaze okumenyebwa, ku lunaku olwo omukono gwa
2 Mukama neguba kunze, nantwalayo. Nantwala munsi ya Isiraeri mu kwolesebwa kwa Katonda, nanzisa ku lusozi oluwanvu enyo, okwali ngembala eyekibuga ku bukika
3 obwadyo. Nantwalayo, awo, laba, nga waliwo omusaja, enfananaye ngenfanana eyekikomo, ngalina omugwa ogwobugogwa mu mukonogwe nolu-
4 muli olugera ; naimirira mu muzigo. Omusaja oyo nangamba nti Omwana womuntu, tunula namasogo, owulire namatugo, oteke omutimagwo ku byona byenakulaga ; kubanga kyovude oletebwa wano ndyoke nkubirage : byona byonolaba obibuliranga enyumba ya Isiraeri.
5 Awo, laba, ekisenge ebweru wenyumba okwetolola, ne mu mukono gwomusaja (nga mulimu) olumuli olugera, obuwanvu bwalwo emikono mukaga, buli mukono mukono koluta : awo nagera obugazi bwenyumba, olumuli lumu ; nobugulumivu
6 olumuli lumu. Awo naja eri omuzigo ogutunulira ebuvanjuba, nalinya ku madala agwo ; nagera omulyango ogwomuzigo, obugazi bwagwo olumuli lumu : nomulyango omulala, obugazi bwagwo
7 olumuli lumu. Na buli nju obuwanvu bwayo olumuli lumu nobugazi bwayo olumuli lumu ; ne wakati wamayu emikono etano ; nomulyango ogwomuzigo awali ekisasi ekyokumuzigo okwole-
8 kera enyumba gwali olumuli lumu. Era nagera nekisasi ekyokumuzigo okwolekera enyumba, olu-
9 muli lumu. Awo nagera ekisasi ekyokumuzigo, emikono munana ; nemifubeto gyamu, emikono

ebiri ; neki sasi ekyokumuzigo kyayolekera enyumba. Namayu agokumuzigo ebuvanjuba gali asatu eruwi nasatu eruwi ; ago gonsatule ga kigero kimu ; nemifubeto gyalina ekigero kimu eruwi neruwi. Era nagera awaingirirwa mu muzigo obugazi bwawo, emikono kumi ; nobuwanvu bwomuzigo emikono kumi nesatu ; nebanga eryali mu maso gamayu, omukono gumu (eruwi), nebanga omukono gumu eruwi ; namayu emikono mukaga eruwi nemikono mukaga eruwi. Nagera omuzigo okuva kunju wagulu okutuka kunju ginayo wagulu, obugazi emikono amakumi abiri mwetano ; olugi nga lwolekera olugi. Era nakola nemifubeto, emikono nkaga ; nolugya (lwatuka) ku mufubeto, omuzigo nga gwetolola. (Nokuva ku) bwenyi bwomuzigo awaingirirwa okutuka ku bwenyi obwekisasi ekyomunda ekyokumuzigo gyali emikono atano. Era amayu galiko ebituli ebyazibibwa, nemifubeto gyago egyali mundawomuzigo enjuwi zona, era nebizizi bwebityo (byaliko ebituli) : era munda mwalimu ebituli okwetolola : ne ku (buli) mufubeto kwaliko enkindu.

Awo nantwala mu lugya olwebweru, era, laba, nga waliwo ebisenge namainja amalire, ebyakolerwa olugya okwetolola : ebisenge amakumi abiri gali ku mainja ago amalire. Namainja amalire gali ku mabali gemizigo, okwenkanankana nobuwanvu obwemizigo, ge mainja amalire aga wansi. Awo nagera obugazi okuva ku bwenyi obwomuzigo ogwa wansi okutuka ku bwenyi obwolugya olwomunda ebweru, emikono kikumi, ebuvanjuba nebukika obwa kono. Nomuzigo ogwolugya olwebweru ogutunulira obukika obwa kono nagera obuwanvu bwagwo nobugazi bwagwo. Namayu gako gali asatu eruwi nasatu eruwi ; nemifubeto gyako nebizizi byako byali ngekigero

ekyomuzigo ogwoluberyeberye : obuwanvu bwagwo emikono amakumi atano, nobugazi emikono
22 amakumi abiri mwetano. Nebituli byagwo nebizizi byagwo nenkindu byagwo byali ngekigero ekyomuzigo ogutunulira obuvanjuba ; era bagulinyirangamu ku madala musanvu ; nebizizi bya-
23 gwo byali mu maso gago. Era olugya olwomunda lwaliko omuzigo ogwolekera omuzigo (omulala), ebukika obwa kono era nebuvanjuba ; nagera okuva ku muzigo okutuka ku muzigo
24 emikono kikumi. Awo nantwala ebukika obwadyo, awo, laba, omuzigo ebukika obwadyo : nagera emifubeto gyagwo nebizizi byagwo nge-
25 bigero ebyo bwebiri. Era kwaliko ebituli kugwo ne ku bizizi byagwo enjuwi zona ebifanana ebituli ebyo : obuwanvu emikono amakumi atano,
26 nobugazi emikono amakumi abiri mwetano. Era waliwo amadala musanvu kwebalinyirangamu, nebizizi byagwo byali mu maso gago : era gwaliko enkindu, olumu eruwi nolumu eruwi
27 ku mifubeto gyagwo. Era olugya olwomunda lwalina omuzigo ogwolekera obukika obwadyo : nagera okuva ku muzigo okutuka ku muzigo okwolekera obukika obwadyo emikono kikumi.
28 Awo nantwala mu lugya olwomunda olulira-nye omuzigo ogwobukika obwadyo : nagera omuzigo ogwobukika obwadyo ngebigero ebyo
29 bwebyali ; namayu gako nemifubeto gagwo nebizizi byagwo ngebigero ebyo bwebyali : era gwaliko ebituli era nebizizi byagwo enjuwi zona (byaliko ebituli) : obuwanvu bwagwo emikono amakumi atano nobugazi bwagwo emikono ama-
30 kumi abiri mwetano. Era waliwo ebizizi enjuwi zona obuwanvu bwabyo emikono amakumi abiri mwetano nobugazi bwabyo emikono etano.
31 Nebizizi byagwo byayolekera olugya olwebweru ; nemifubeto gyagwo gyaliko enkindu ; nawalinyi-

rirwamu waliwo amadala munana. Nantwala 32
mu lugya olwomunda okwolekera obuvanjuba :
nagera omuzigo ngebigero ebyo bwebyali ;
namayu gako nemifubeto gyagwo nebizizi 33
byagwo ngebigero ebyo bwebyali : era gwaliko
ebituli, nebizizi byagwo enjuwi zona (byaliko
ebituli) : obuwanvu bwagwo emikono amakumi
atano nobugazi bwagwo emikono amakumi
abiri mwetano. Nebizizi byagwo byayo- 34
lekera olugya olwebweru ; nemifubeto gya-
gwo gyaliko enkindu, eruwi neruwi : nawa-
linyirirwamu waliwo amadala munana. Na- 35
ntwala ku muzigo ogwobukika obwa kono :
nagugera ngebigero ebyo bwebyali ; amayu gako 36
nemifubeto gyagwo nebizizi byagwo ; era gwa-
liko ebituli enjuwi zona ; obuwanvu bwagwo emi-
kono amakumi atano nobugazi bwagwo emikono
amakumi abiri mwetano. Nemifubeto gyagwo 37
gyayolekera olugya olwebweru ; era emifubeto
gyagwo gyaliko enkindu eruwi neruwi : nawa-
linyirirwamu waliwo amadala munana.

Era nenju nolugi lwayo yali eriranye ku mifu- 38
beto ku mizigo ; eyo gyebanalizanga ekiwebwayo
ekyokebwa. Ne mu kisasi ekyokumuzigo 39
mwalimu emeza biri eruwi nemeza biri
eruwi okutirangako ekiwebwayo ekyokebwa
nekiwebwayo olwekibi nekiwebwayo olwo-
musango. Era ku luwi ebweru ngolinya 40
awaingirirwa mu muzigo okwolekera obu-
kika obwa kono yaliyo emeza biri : ne ku luwi
olwokubiri, lwe lwekisasi ekyokumuzigo, yaliyo
emeza biri. Waliwo emeza nya eruwi nemeza 41
nya eruwi okulirana omuzigo ; emeza munana
kwebatiranga (sadaka). Era waliwo emeza nya 42
ezekiwebwayo ekyokebwa, ezamainja amateme,
obuwanvu bwazo omukono kekitundu, nobu-
gazi bwazo omukono kekitundu, nobugulu-

mivu bwazo omukono gumu: kwebatekanga
ebintu byebasanga ekiwebwayo ekyokebwa ne
43 sadaka. Nebikwaso, obuwanvu bwabyo luta,
byasibibwa munda enjuwi zona; ne ku meza
44 kwaliko enyama eyekitone. Era ebweru wolugya
olwomunda waliwo enju ezabaimbi mu lugya
olwomunda olwali ku bali lyomuzigo ogwobu-
kika obwa kono: era zatunulira obukika
obwadyo: nga waliwo emu ku bali lyomuzigo
ogwobuvanjuba etunulira obukika obwa kono.
45 Awo nangamba nti Enju eno etunulira obukika
obwadyo ya bakabona abakumi benyumba gye-
46 balagirwa. Nenju etunulira obukika obwa kono
ya bakabona abakumi bekyoto kyebalagirwa:
abo be batabani ba Zadoka, be bokubatabani ba
Levi abasembereranga Mukama okumuwereza.
47 Nagera olugya, obuwanvu bwalwo emikono
kikumi nobugazi bwalwo emikono kikumi,
okwenkanankana; nekyoto kyali mu maso
genyumba.
48 Awo nantwala ku kisasi ekyenyumba, nagera
buli mufubeto ogwekisasi emikono etano eruwi
nemikono etano eruwi: nobugazi obwomuzigo
bwali emikono esatu eruwi nemikono esatu
eruwi.
49 Obuwanvu bwekisasi bwali emikono amakumi
abiri nobugazi emikono kumi na gumu: ngogera
awali amadala gebalinyirangako omwo: era
waliwo empagi eziriranye emifubeto, emu eruwi
nemu eruwi.

41

1 Nantwala ku yekalu nagera emifubeto, obugazi
bwagyo emikono mukaga eruwi nemikono mukaga
2 eruwi, bwe bwali obugazi bwewema. Nawaingi-
rirwa obugazi bwawo emikono kumi; nawaingi-
rirwa embirizi zawo zali emikono etano eruwi

nemikono etano eruwi : nagera obuwanvu bwawo emikono amakumi ana nobugazi emikono amakumi abiri. Awo nagenda munda nagera buli 3
mufubeto oguli awaingirirwa, emikono ebiri : nawaingirirwa emikono mukaga: nawaingirirwa obugazi bwawo emikono musanvu. Nagera obuwanvu 4
bwawo emikono amakumi abiri, nobugazi bwawo emikono amakumi abiri, mu maso geyekalu : nangamba nti Kino kye kifo ekitukuvu enyo. Awo nagera ekisenge ekyenyumba emikono 5
mukaga ; na buli nju eyomumbirizi obugazi bwayo emikono ena, okwetolola enyumba enjuwi zona. Namayu agomumbirizi gali asatu, enju 6
ngeri wagulu kunju ginayo, era amakumi asatu nyiriri nyiriri ; era gaingira mu kisenge ekyenyumba eyali eyamayu agomumbirizi enjuwi zona, gakwate (omwo), so galeme okukwata mu bisenge ebyenyumba. Namayu agomumbirizi gagenda 7
nga geyongera okugaziwa nga gagenda nga geyongera wagulu okwetolola (enyumba) ; kubanga okwetolola enyumba kwagenda nga kweyongera wagulu okwebungulula enyumba : obugazi bwenyumba kyebwava (bweyongera) wagulu ; bwebatyo balinyanga (okuva munju) eya wansi okutuka (munju) eya wagulu nga baita (munju) eya wakati. Era nendaba ngenyumba yali ku kigu- 8
lumo enjuwi zona : emisingi egyamayu agomumbirizi gyali olumuli olulamba olwemikono emiwanvu mukaga. Obugazi bwekisenge ekyali 9
ekyamayu agomumbirizi ebweru bwali emikono etano : nebanga eryafikawo lyali kifo ekyamayu agomumbirizi agomunyumba. Era wakati wa- 10
mayu waliwo obugazi obwemikono amakumi abiri okwetolola enyumba enjuwi zona. Nenzigi 11
ezokumayu agomumbirizi zayolekera ekifo ekyafikawo, olugi olumu nga lwolekera obukika obwa kono nolugi olulala nga lwolekera obu-

kika obwadyo: -nekifo ekyafikawo obugazi bwakyo bwali emikono etano enjuwi zona.
12 Nenyumba eyali mu maso gekifo ekyayawulibwa ku luwi olwebugwanjuba obugazi bwayo bwali emikono nsanvu; nekisenge kyenyumba obugazi bwakyo bwali emikono etano enjuwi
13 zona, nobuwanvu bwakyo emikono kyenda. Awo bwatyo nagera enyumba, obuwanvu bwayo emikono kikumi; nekifo ekyayawulibwa nenyumba nebisenge byayo, obuwanvu bwakyo emi-
14 kono kikumi. Era obwenyi bwenyumba obugazi bwabwo nobwekifo ekyayawulibwa okwolekera obuvanjuba, emikono kikumi.
15 Nagera enyumba obuwanvu bwayo okuva ku kifo ekyayawulibwa ekyali emanju wayo ne balaza zayo eruwi neruwi, emikono kikumi; neyekalu
16 eyomunda nebisasi ebyomulugya; emiryango nebituli ebyazibibwa ne balaza enjuwi zona, balaza satu buli balaza ngeri ku balaza ginayo, okwolekera omulyango, ezabikibwako emiti enjuwi zona (nokuva ku) taka okutuka ku
17 bituli; era ebituli byabikibwako; nokutuka ku (banga) eryali wagulu wolugi, okutuka ku nyumba eyomunda nebweru ne ku kisenge kyona enjuwi zona munda nebweru, okugerebwa
18 kwabyo. Era yakolebwa ne bakerubi nenkindu; nolukindu lwatekebwa wakati wa bakerubi kina babirye, na buli kerubi yalina obwenyi bubiri;
19 obwenyi bwomuntu nebwolekera olukindu eruwi, nobwenyi bwempologoma ento nebwolekera olukindu eruwi: (bwebityo) bwebyakolebwa okubuna enyumba yona enjuwi zona.
20 Bakerubi nenkindu byakolebwa okuva ku taka okutuka wagulu wolugi; ekisenge kyeyekalu
21 bwekyali bwekityo. Eyekalu emifubeto gyayo gyaliko empe nya; nobwenyi bwawatukuvu enfanana (yabwo) yali ngenfanana (eyeyekalu).

Ekyoto kyali kya miti,obugulumivu bwakyo emi- 22
kono esatu nobuwanvu bwakyo emikono ebiri ; ne-
nsonda zakyo nobuwanvu bwakyo'nebisenge bya-
kyo byali bya miti : nangamba nti Eno ye meza eri
mu maso ga Mukama. Era eyekalu nawatu- 23
kuvu byalina enzigi biri. Nenzigi zali za mbawo 24
biri, embawo biri ezefunya ; (embawo) biri za
lugi lumu, nembawo biri za lugi olwokubiri.
Era kwakolebwako, ku nzigi zeyekalu, bakerubi 25
nenkindu, ngebyakolebwa ku bisenge ; era ku
bwenyi bwekisasi ebweru kwaliko embawo
ezemiti ezomubiri omunene. Era waliwo ebituli 26
ebyazibibwa nenkindu eruwi neruwi, ku njuwi
zekisasi : amayu agomumbirizi agomunyumbe
bwegali bwegatyo nembawo ezomubiri omunene

42

Awo nanfulumya mu lugya olwebweru, lye 1
kubo erida ebukika obwa kono : nanyingiza munju
eyayolekera ekifo ekyayawulibwa era eyayolekera
enyumba ku luwi olwobukika obwa kono. Mu 2
maso gobuwanvu buli obwemikono ekikumi
we wali olugi olwobukika obwa kono, nobugazi
bwali emikono amakumi atano. Okwolekera 3
(emikono) abiri giri egyolugya olwomunda nokwo-
lekera amainja amalire gali agomulugya olwe-
bweru we wali ebalaza ngeyolekera ebalaza
ginayo munju eya wagulu eyokusatu. Ne mu 4
maso gamayu gali waliwo ekubo obugazi bwalyo
emikono kumi munda, ekubo lya mukono gumu ;
nenzigi zago zayolekera obukika obwa kono. Era 5
amayu aga wagulu gali mampi okusinga (ago) :
kubanga ebalaza zasala kwago okusinga bwezasala
ku za wansi neza wakati mu nyumba. Kubanga 6
gali amayu aga wagulu asatu, so tegalina mpagi
ngempagi ezomumpya : (eya wagulu) kyeyava
efunzibwa okusinga eya wansi neya wakati

7 okuva ku taka. Nekisenge ekyali ebweru ekya-
lirana amayu okwolekera olugya olwebweru mu
maso gamayu obuwanvu bwakyo bwali emikono
8 amakumi atano. Kubanga obuwanvu bwamayu
agali mu lugya olwebweru bwali emikono ama-
kumi atano: era, laba, mu maso geyekalu
9 waliwo emikono kikumi. Era wansi wamayu
ago webavanga okuingira ku luwi olwebuvanjuba,
10 ngoingira mugo ngova mu lugya olwebweru. Ku
mubiri gwekisenge ekyolugya okwolekera
obuvanjuba, mu maso gekifo ekyayawu-
libwa ne mu maso genyumba, kwaliko amayu.
11 Nekubo eryali mu maso gago lyali ngenfanana
(eyekubo) eryamayu agayolekera obukika obwa
kono; ngobuwanvu bwago, nobugazi bwago
bwebwali bwebutyo: nawafulumirwa mugo wona
wāli ngengeri zago bwezali era ngenzigi zago
12 bwezali. Era ngenzigi ezamayu agayolekera
obukika obwadyo bwezali, olugi bwerwali bwe-
rutyo ekubo werisibuka eriri dala mu bwenyi
13 bwekisenge ebuvanjuba bwoingira mugo. Awo
nangamba nti Amayu agobukika obwa kono
namayu agobukika obwadyo agolekede ekifo ekya-
yawulibwa ago ge mayu amatukuvu, bakabona
abamuli okumpi Mukama mwebanaliranga ebintu
ebitukuvu enyo: eyo gyebanatekanga ebintu
ebitukuvu enyo nekiwebwayo ekyobuta nekiwe-
bwayo olwekibi nekiwebwayo olwomusango;
14 kubanga ekifo ekyo kitukuvu. Bakabona bwe-
banaingirangamu, awo tebavanga mu kifo ekitu-
kuvu okuingira mu lugya olwebweru, naye banate-
kanga eyo ebyambalo byabwe byebawererezangamu; kubanga bitukuvu; awo banayambalanga
ebyambalo ebirala, nebalyoka basemberera ekyo
ekyabantu.
15 Awo bweyamala okugera enyumba eyomunda,
nanfulumya mu kubo eryomuzigo ogutunulira

obuvanjuba, nagigera enjuwi zona. Nagera ku 16
luwi olwebuvanjuba nolumuli olwo olugera,
emuli ebikumi bitano, nolumuli olugera enjuwi
zona. Nagera ku luwi olwobukika obwa kono 17
nolumuli olugera, emuli ebikumi bitano enjuwi
zona. Nagera ku luwi olwobukika obwadyo, 18
emuli ebikumi bitano, nolumuli olugera. Nakyu- 19
kira eri oluwi olwebugwanjuba nagera emuli ebi-
kumi bitano, nolumuli olugera. Yagigera enjuwi 20
enya : yalina bugwe enjuwi zona, obuwanvu ebi-
kumi bitano nobugazi ebikumi bitano, okwawula
ebitukuvu nebitali bitukuvu.

43

Awo oluvanyuma nantwala eri omuzigo, omu- 1
zigo ogwo ogutunulira obuvanjuba : awo, laba, 2
ekitibwa kya Katonda wa Isiraeri nga kija nga
kiva mu kubo eryebuvanjuba : nedobozirye
lyali ngokuwuma kwama'zi amangi : ensi nema-
samasa olwekitibwakye. Era kyali ngembala 3
eyokwolesebwa kwenalaba, ngokwolesebwa kwe-
nalaba bwenaja okuzikiriza ekibuga : era okwole-
sebwa kwali ngokwolesebwa kwenalaba ku luba-
lama lwomuga Kebala : awo nenvunama amaso
gange. Awo ekitibwa kya Mukama nekiingira 4
mu nyumba nga kifuluma mu kubo eryomuzigo
ogutunulira obuvanjuba. Omwoyo negunsitula 5
negundeta mu lugya olwomunda ; awo, laba,
ekitibwa kya Mukama nekijula enyumba. Awo 6
nempulira ayogera nange ngaima mu nyumba ;
omusaja naimirira ku mabali gange. Awo na- 7
ngamba nti Omwana womuntu, (kino kye) kifo
ekyentebe yange, nekifo ebigere byange webiri-
nya, wendibera wakati mu bana ba Isiraeri emi-
rembe gyona : so nenyumba ya Isiraeri terigwa-
gwawaza nate erinya lyange etukuvu, bo newaku-
bade kabaka wabwe, olwobwenzi bwabwe nolwe-

mirambo gya bakabaka babwe (mu) bifo byabwe
8 ebigulumivu ; nga bateka omulyango gwabwe ku mabali gomulyango gwange, nomufubeto gwabwe ku mabali gomufubeto gwange, ekisenge (ekyerere) nekyawula nze nabo ; era bagwagwawaziza erinya lyange etukuvu nemizizo gyabwe gyebakola : kyenava nbamalawo nobusungu
9 bwange. Kakano bagyewo obwenzi bwabwe nemirambo gya bakabaka babwe okuba wala nange, nange ndibera wakati mubo emirembe gyona.
10 Gwe omwana womuntu, laga enyumba ya Isiraeri enyumba, bakwatirwe ensonyi obutali butukirivu bwabwe : era bagere ekyokulabirako.
11 Awo bwebanakwatirwa ensonyi ebyo byona byebakoze, bategeze enyumba bwefanana nengeri yayo nawafulumirwamu nawaingirirwamu nembala zayo zona nebiragiro byayo byona nembala zayo zona namateka gayo gona, ogiwandike bo nga balaba : balyoke bagikwate yona nga bwefa-
12 nana nebiragiro byayo byona, babikolenga. Lino lye teka eryenyumba : ku ntiko yolusozi embibi yayo yona enjuwi zona eriba ntukuvu nyo. Laba, eryo lye teka eryenyumba.
13 Era kuno kwe kugerebwa kwekyoto ngemikono bwegyenkana : [omukono gwe mukono koluta :] entobo eriba ya mukono gumu, nobugazi mukono gumu, nomugo gwakyo ku kamwa kakyo okwetolola guliba gwa luta : era eyo yeneba entobo
14 yekyoto. Nokuva ku ntobo wansi okutuka ku mugo ogwa wansi waliba emikono ebiri nobugazi omukono gumu ; nokuva ku mugo omutono okutuka ku mugo omunene waliba emikono ena no-
15 bugazi omukono gumu. Nekyoto ekya wagulu kiriba kya mikono ena ; nokuva ku kyoto wansi
16 nokwambukayo waliba amayembe ana. Nekyoto wansi kiriba (emikono) kumi nebiri obuwanvu nekumi nebiri obugazi, enjuwi zakyo enya

nga zenkanankana. Nomugo guliba (emikono) 17
kumi nena obuwanvu nekumi nena obugazi, mu
njuwi zagwo enya ; nomugo ogugwetolola guliba
kitundu kya mukono ; nentobo yagwo eriba
omukono gumu enjuwi zona ; namadala gagwo
galitunulira obuvanjuba.

Nangamba nti Omwana womuntu, bwati bwa- 18
yogera Mukama Katonda nti Bino bye biragiro
ebyekyoto ku lunaku lwebalikikola, okuwera-
ngayo okwo ebiwebwayo ebyokebwa nokumansi-
rangako omusai. Bakabona, Abalevi abokuzade 19
lya Zadoka abandi okumpi, olibawa ente envu-
buka okuba ekiwebwayo olwekibi, okumpereza,
bwayogera Mukama Katonda. Era olitola ku 20
musai gwayo noguteka ku mayembe gakyo ana
ne ku nsonda enya ezomugo ne ku mugo ogwe-
tolola : bwotyo bwonokirongosanga nokitangirira.
Era otwalanga ente eyekiwebwayo olwekibi, 21
nagyokera mu kifo ekyenyumba ekyalagirwa
ebweru wawatukuvu. Awo ku lunaku olwoku- 22
biri nowangayo embuzi enume eteriko bulema
okuba ekiwebwayo olwekibi ; nebalongosa ekyoto
nga bwebakirongosa nente. Bwolimala okukiro- 23
ngosa, owangayo ente envubuka eteriko bulema
nendiga enume eteriko bulema egyidwa mu kisi-
bo. Nobisembeza mu maso ga Mukama, baka- 24
bona nebabisulako omunyo nebabiwayo okuba
ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama. Mu naku 25
omusanvu onotegekerangamu buli lunaku embuzi
okuba ekiwebwayo olwekibi : era bategekenga
ente envubuka nendiga enume eteriko bulema
egyidwa mu kisibo. Enaku musanvu batangi- 26
rirenga ekyoto nebakirongosa ; bwebatyo bwe-
baba bakyawula. Awo bwebalimala enaku ezo, 27
olulituka ku lunaku olwomunana nokweyonge-
rayo, bakabona bawerengayo ku kyoto ebiwe-
bwayo byamwe ebyokebwa nebiwebwayo byamwe

olwemirembe ; nange ndibakiriza, bwayogera Mukama Katonda.

44

1 Awo nanzi'zayo mu kubo eryomuzigo ogwebweru ogwawatukuvu ogutunulira obuvanjuba ;
2 awo nga lugale. Awo Mukama nangamba nti Olugi luno luligalwawo, teruligulwawo, so tewaliba muntu aliingirira mulwo, kubanga Mukama Katonda wa Isiraeri aingide omwo ; kyerunava-
3 nga lugalwawo. Omulangira yalitula omwo nga ye mulangira okuliranga emere mu maso ga Mukama ; aliingira ngafuluma mu kubo eryekisasi ekyomuzigo, ne mu kubo omwo mwanaitanga
4 ngavamu. Awo nantwala mu kubo eryomuzigo ogwobukika obwa kono mu maso genyumba ; nentunula, awo, laba, ekitibwa kya Mukama nga kijude enyumba ya Mukama : nenvunama amaso
5 gange. Awo Mukama nangamba nti Omwana womuntu, wetegereze nyo, otunule namasogo era owulire namatugo ebyo byona byenkugamba ku biragiro byona ebyomunyumba ya Mukama namateka gayo gona ; era wetegereze nyo awaingirirwa mu nyumba na buli awafulumirwa mu
6 watukuvu. Era ogambanga abajemu, ogambanga enyumba ya Isiraeri nti Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ai mwe enyumba ya Isiraeri,
7 emizizo gyamwe gyona gibamale, kubanga muingiziza banagwanga abatali bakomole mu mutima era abatali bakomole mu mubiri, okubera mu watukuvu wange, okwononawo, enyumba yange, bwemuwayo emere yange, amasavu nomusai, era bo bamenye endagano yange, (okwongera) ku
8 mizizo gyamwe gyona. So temukumye bintu byange ebitukuvu byemwalagirwa : naye mwetekedewo mweka abakumi bebyo byenalagira mu
9 watukuvu wange. Bwati bwayogera Mukama

Katonda nti Tewaliba munagwanga, atali mukomole mu mutima era atali mukomole mu mubiri, aliingira mu watukuvu wange, omunagwanga yena anabanga mu bana ba Isiraeri. Naye Abalevi abanesamba ewala, Isiraeri bweyawaba, abawaba okunvako okugoberera ebifananyi byabwe; abo balibako obutali butukirivu bwabwe. Era naye baliba bawereza mu watukuvu wange, nga balina okulabirira ku mizigo gyenyumba, era nga bawerereza mu nyumba: abo be banatiranga abantu ekiwebwayo ekyokebwa ne sadaka, era banaimiriranga mu maso gabwe okubawereza. Kubanga bābawererezanga mu maso gebifananyi byabwe nebafuka nkonge eyobutali butukirivu eri enyumba ya Isiraeri; kyenvude mbaimusizako omukono gwange, bwayogera Mukama Katonda, era balibako obutali butukirivu bwabwe. So tebalinsemberera okukola omulimu ogwobwakabona gyendi, newakubade okusemberera ekintu kyona ku bintu byange ebitukuvu, eri ebintu ebisinga obutukuvu: naye balibako ensonyi zabwe nemizizo gyabwe gyebakolanga. Era naye ndibafula, abakumi benyumba gyebaliragirwa olwokuwereza kwamu kwona nolwa byona ebirikolebwa omwo.

Naye bakabona, Abalevi, batabani ba Zadoka, abakumanga awatukuvu wange nga bwebalagirwa, abana ba Isiraeri bwebawaba okunvako, abo be balinsemberera okumpereza; era banaimiriranga mu maso gange, okuwangayo gyendi amasavu nomusai, bwayogera Mukama Katonda: abo baliingira mu watukuvu wange, era balisemberera emeza yange okumpereza, era banakumanga ebyo byendibalagira. Awo olulituka bwebanaingiranga mu mizigo egyolugya olwomunda, banayambalanga ebyambalo ebya bafuta; so tewaliba byoya byebalyambala bwebaliba nga

bawerereza mu mizigo egyolugya olwomunda ne
18 munda. Banabanga nebiremba ebya bafuta ku
mitwe gyabwe, era banayambalanga seruwale eza
bafuta mu biwato byabwe; tebalyesiba (kintu
19 kyona) ekituyanya. Awo bwebanafulumanga
mu lugya olwebweru, mu lugya olwebweru eri
abantu, banayambulanga ebyambalo byabwe bye-
bawererezamu, nebabitereka munju entukuvu,
nebambala ebyambalo ebirala, baleme okutukuza
20 abantu nebyambalo byabwe. So tebamwanga
mitwe gyabwe, so tebakuzanga mivumbo gya-
bwe; banasalanga busazi enviri ezokumitwe
21 gyabwe. So ne kabona yena tanywanga mwenge
22 bwebaingira mu lugya olwomunda. So tebawa-
sanga namwandu newakubade eyagobebwa (ba):
naye bawasenga abawala abatamanyi musaja abo-
kuzade eryenyumba ya Isiraeri, oba namwandu
23 eyali muka kabona. Era banaigirizanga abantu
bange enjawulo bweri eyekitukuvu nekitali kitu-
kuvu, nebabawuza ekitali kirongofu nekirongofu.
24 Nawali empaka be banaimiriranga okusala omu-
sango; ngemisango gyange bwegiri bwebanazisa-
langa: era bakwatenga amateka gange nebiragiro
byange mu mbaga zange zona ezalagirwa; era
25 batukuzenga sabiti zange. So tebasembereranga
mufu yena okwegwagwawaza: naye olwa kita-
bwe oba nyabwe oba mutabani wabwe oba mu-
wala wabwe, olwa muganda wabwe oba mwanyi-
na wabwe atabanga ne ba, bainza okweyonona.
26 Awo bwamalanga okulongosebwa, bamubalirenga
27 enaku musanvu. Awo ku lunaku lwanaingira-
nga mu watukuvu, mu lugya olwomunda, oku-
wererezamu mu watukuvu, anawanagayo ekikye
ekiwebwayo olwekibi, bwayogera Mukama Kato-
28 nda. Era baliba nobusika; nze ndi busika bwa-
bwe: so temubawanga butaka mu Isiraeri; nze
29 butaka bwabwe. Banalyanga ekiwebwayo ekyo-

buta nekiwebwayo olwekibi nekiwebwayo olwomusango; era buli kintu ekiwongebwa mu Isiraeri kinabanga kyabwe. Nebisoka ku bibala byona ebiberyeberye ku byona na buli kitone ekya buli kintu ku bitone byamwe byona biriba bya bakabona: era munawanga kabona obuta bwamwe obugoyebwa obusoka, okutuza omukisa ku nyumbayo. Bakabona tebalyanga ku kintu kyona ekifa kyoka newkubade eyatagulwa oba nyonyi oba nsolo.

30 31

45

Era nate bwemuligabana nobululu ensi okuba obusika, muwangayo ekitone eri Mukama, omugabo gwensi omutukuvu: obuwanvu bwagwo buliba buwanvu (obwemuli) obukumi bubiri mwenkumi tano, nobugazi kakumi: guliba mutukuvu mu nsalo yagwo yona okwetolola. Kugwo kuligyibwako olwekifo ekitukuvu ebikumi bitano (obuwanvu) nebikumi bitano (obugazi) okwenkanankana enjuwi zona; nemikono amakumi atano olwembuga yako enjuwi zona. Era oligeza ekigero kino, obuwanvu obwobukumi bubiri mwenkumi tano nobugazi obwakakumi: nomwo mwe muliba awatukuvu, awatukuvu enyo. Ogwo gwe mugabo gwensi omutukuvu; guliba gwa bakabona, abawereza abomuwatukuvu, abasembera okuwereza Mukama; era kiriba kifo kya nyumba zabwe, era ekifo ekitukuvu ekyawatukuvu. Awo Abalevi, abawereza abomunyumba, baliba nobukumi bubiri mwenkumi tano obuwanvu nakakumi obugazi, okuba obutaka bwabwe kubwabwe, olwamayu amakumi abiri. Era mutekangawo obutaka obwekibuga, enkumi tano obugazi nobukumi bubiri mwenkumi tano obuwanvu, okulirana nekitone ekyomugabo omutukuvu: buliba bwa nyumba yona eya Isiraeri.

1 2 3 4 5 6

7 Era (buli ekiriba) ekyomulangira (kiriba) ku bali lyomugabo omutukuvu nobutaka obwekibuga eruwi neruwi, mu maso gekitone ekitukuvu ne mu maso gobutaka obwekibuga, ku luwi olwebuvanjuba ebugwanjuba, ne ku luwi olwebuvanjuba ebuvanjuba: nobuwanvu nga kyenkana nomugabo ogumu ku migabo okuva ku nsalo eyebugwanjuba okutuka ku nsalo eyebuvanjuba.
8 Buliba butaka gyali munsi mu Isiraeri: so nabalangira tebalijoga nate abantu bange; naye baliwa enyumba ya Isiraeri ensi ngebika byabwe bwebiri.
9 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Kibamale, ai abalangira ba Isiraeri: mugyewo ekyejo nokunyaga, mutukirize omusango nebyensonga; abantu bange mubagyeko obukamuzi bwamwe,
10 bwayogera Mukama Katonda. Mubanga neminzani eyamazima ne efa eyamazima nensuwa eya-
11 mazima. Efa nensuwa bibenga bya kigero kimu, ensuwa egyemu ekitundu ekyekumi ekyekomeri ne efa egyemu ekitundu ekyekumi ekyekomeri:
12 ekigero kyayo kiba ngekomeri bweri. Ne sekeri eriba gera amakumi abiri: sekeri amakumi abiri ne sekeri abiri mu tano ne sekeri kumi netano,
13 mane yamwe bweriba bwetyo. Kino kye kitone kyemunawangayo; ekitundu ekyomukaga ekya efa ekigyibwa ku komeri eyengano, era munawanga ekitundu ekyomukaga ekya efa
14 ku (buli) komeri eya sairi: nomugabo ogwamafuta ogulagirwa, ogwokunsuwa eyamafuta, gunabanga kitundu kya kumi ekyensuwa, ekigyibwa ku koli, (ze) nsuwa kumi, ye komeri;
15 kubanga ensuwa kumi ye komeri: nomwana wendiga emu eyomukisibo, egyibwa ku bikumi bibiri, ku malundiro amagimu aga Isiraeri; olwekiwebwayo ekyobuta nekiwebwayo ekyokebwa nebiwebwayo olwemirembe, okubatangiri-

ranga, bwayogera Mukama Katonda. Abantu 16
bona abomunsi banawanga olwekitone ekyo olwomulangira mu Isiraeri. Era omulangira yana- 17
wanga ebiwebwayo ebyokebwa nebiwebwayo ebyobuta nebiwebwayo ebyokunywa ku mbaga ne ku myezi egyakaboneka ne ku sabiti, ku mbaga zona ezalagirwa ezenyumba ya Isiraeri: yanategekanga ekiwebwayo olwekibi nekiwebwayo ekyobuta nekiwebwayo ekyokebwa nebiwebwayo olwemirembe, okutangiriranga enyumba ya Isiraeri.

Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Mu 18
(mwezi) ogwoluberyeberye ku (lunaku) olwomwezi olwoluberyeberye odiranga ente euvubuka eteriko bulema; nolongosa awatukuvu. Ne ka- 19
bona atolenga ku musai ogwekiwebwayo olwekibi naguteka ku mifubeto gyenyumba ne ku nsonda enya ezomugo ogwekyoto ne ku mifubeto egyokumuzigo ogwolugya olwomunda. Era okolanga 20
bwotyo ku (lunaku) olwomwezi olwomusanvu olwa buli muntu asobya noyo atalina magezi: bwemutyo bwemunatangiriranga enyumba. Mu 21
(mwezi) ogwoluberyeberye ku lunaku olwomwezi olwekumi nenya mubenga Nokuitako, embaga eyenaku omusanvu; emigati egitazimbulukuswa gye ginalibwanga. Awo ku lunaku olwo omu- 22
langira yetegekerenga ye nyini nabantu bona abomunsi ente okuba ekiwebwayo olwekibi. Ne 23
mu naku omusanvu ezembaga ategekenga ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama, ente musanvu nendiga enume musanvu ezitaliko bulema, buli lunaku okumalako enaku omusanvu; nembuzi enume buli lunaku okuba ekiwebwayo olwekibi. Era ategekenga ekiwebwayo ekyobuta, efa ya nte, 24
ne efa ya ndiga enume, na buli efa ini eyamafuta. Mu (mwezi) ogwomusanvu ku lunaku olwomwezi 25
olwekumi netano mu mbaga akolenga bwatyo

okumala enaku omusanvu ; ngekiwebwayo olwekibi bwekiri, nekiwebwayo ekyokebwa, nekiwebwayo ekyobuta, namafuta nga bwegali.

46

1 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Omuzigo ogwolugya olwomunda ogutunulira obuvanjuba banagugulirangawo enaku omukaga ezikolerwamu omulimu ; naye ku lunaku olwa sabiti banagugulangawo, ne ku lunaku olwomwezi
2 ogwakaboneka banagugulangawo. Era omulangira anaingiranga ngafuluma mu kubo eryekisasi ekyomuzigo ogwebweru, naimirira awali omufubeto ogwomuzigo, ne bakabona bategekenga ekikye ekiwebwayo ekyokebwa nebibye ebiwebwayo olwemirembe, nasinziza ku mulyango ogwomuzigo ; awo nafuluma : naye omuzigo tebagugalangawo okutusa akawungezi. Nabantu abomunsi basinzizenga ku lugi olwomuzigo ogwo mu maso ga Mukama ku sabiti ne ku myezi egya-
4 kaboneka. Nekiwebwayo omulangira kyanawangayo eri Mukama kinabanga ku lunaku olwa sabiti abana bendiga mukaga ezitaliko bulema
5 nendiga enume eteriko bulema ; nekiwebwayo ekyobuta kinabanga efa ku ndiga enume, nekiwebwayo ekyobuta ku bana bendiga nga bwanai-
6 nzanga okuwa, na buli efa ini ya mafuta. Ne ku lunaku olwomwezi ogwakaboneka kiriba ente envubuka eteriko bulema ; nabana bendiga mukaga nendiga enume ; ziriba ezitaliko bulema :
7 era ategekenga ekiwebwayo ekyobuta, efa ku nte, ne efa ku ndiga nume, ne ku bana bendiga nga
8 bwanainzanga, na buli efa ini ya mafuta. Era omulangira bwanaingiranga, anaingiranga ngafuluma mu kubo eryekisasi ekyomuzigo, era ana-
9 vangamu ngafuluma mu kubo omwo. Naye abantu abomunsi bwebanajanga mu maso ga Mu-

kama mu mbaga ezalagirwa, oyo anaingiranga ngafuluma mu kubo eryomuzigo ogwobukika obwa kono okusinza anavangamu ngafuluma mu kubo eryomuzigo ogwobukika obwadyo; noyo anaingiranga ngafuluma mu kubo eryomuzigo ogwobukika obwadyo anavangamu ngafuluma mu kubo eryomuzigo ogwobukika obwa kono: tadirangayo mu kubo eryomuzigo mweyaingirira, naye avengamu nga yesimbye mu masoge. Nomulangira, bwebanaingirangamu, anagenderanga wakati mubo; era bwebanavangamu, banaviranga mu (wamu). Ne mu mbaga ne ku naku enkulu ekiwebwayo ekyobuta kinabanga efa kunte ne efa ku ndiga nume ne ku bana bendiga nga bwanainzanga okuwa, na buli efa ini ya mafuta. Era omulangira bwanategekanga ekyo kyanawangayo kububwe, ekiwebwayo ekyokebwa oba ebiwebwayo olwemirembe okuba ekiwebwayo kububwe eri Mukama, banamugulirangawo omuzigo ogutunulira obuvanjuba, era anategekanga ekikye ekiwebwayo ekyokebwa nebibye byawayo kububwe nga bwakola ku lunaku olwa sabiti: awo afulumenga; awo ngamaze okufuluma, banagalangawo omuzigo. Era otegekanga omwana wendiga eyakamala omwaka gumu eteriko bulema okuba ekiwebwayo ekyokebwa eri Mukama buli lunaku: buli nkya ogitegekanga. Era otegekanga wamu nayo ekiwebwayo ekyobuta buli nkya, ekitundu ekyekumi ekya efa nekitundu ekyokusatu ekya ini eyamafuta, okunyikiza obuta obulungi; ekiwebwayo ekyobuta eri Mukama ekyolutata olwekiragiro ekitaligwawo. Bwebatyo bwebaba bategekanga omwana wendiga nekiwebwayo ekyobuta namafuta, buli nkya okuba ekiwebwayo ekyokebwa ekyolutata.

10 11 12 13 14 15

Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Omulangira bwanawanga ekirabo mutabaniwe yena,

16

nga bwe busikabwe, buliba bwa batabanibe ; bu-
17 taka bwabwe olwobusika. Naye bwanawanga ku busikabwe omuduwe yena ekirabo, kiriba kikye okutuka ku mwaka ogwedembe ; nekiryoka kida eri omulangira ; naye obusikabwe, obwo buliba
18 bwa batabanibe. Era nate omulangira tatwalanga ku busika obwabantu okubagoba mu butaka bwabwe ; anawanga batabanibe obusika ngabugya ku butakabwe ye : abantu bange baleme okusasana buli muntu okuva ku butakabwe.
19 Awo nampisa awaingirirwa ku bali lyomuzigo nanyingiza munju entukuvu eza bakabona ezatunulira obukika obwa kono : era, laba, waliwo
20 ekifo ku luwi olwenyuma ebuvanjuba. Nangamba nti Kino kye kifo bakabona webanafumbiranga ekiwebwayo olwomusango nekiwebwayo olwekibi, webanayokeranga ekiwebwayo ekyobuta ; baleme okubifulumya mu lugya olwebweru okutukuza
21 abantu. Awo nanfulumya mu lugya olwebweru, nampisa ku nsonda enya ezolugya ; era, laba, mu buli nsonda eyolugya nga mulimu olugya.
22 Mu nsonda enya ezolugya mwalimu empya ezakomerwa, obuwanvu bwazo (emikono) amakumi ana nobugazi amakumi asatu : ezo enya ezali mu
23 nsonda zali za kigero kimu. Era waliwo olubu (oluzimbibwa) olwetolode muzo okuzetolola ezo enya, era lwakolebwa nga lulimu ebifo ebyokufu-
24 mbiramu wansi wembu enjuwi zona. Awo nangamba nti Zino ze nyumba ezokufumbirangamu abawereza abenyumba webanafumbiranga sadaka eyabantu.

47

1 Awo nanzizayo ku lugi olwenyumba ; awo, laba, ama'zi gāsibuka nga gava wansi womulyango ogwenyumba ebuvanjuba, kubanga obwenyi bwenyumba bwayolekera obuvanjuba : ama'zi nega-

serengeta nga gava wansi ku luwi olwenyumba olwadyo ku luwi olwekyoto olwobukika obwadyo.
Awo nanfulumiza mu kubo eryomuzigo ebukika 2
obwa kono, nantwala nanetoloza mu kubo eryebweru okutuka ku muzigo ogwebweru mu kubo (eryomuzigo) ogutunulira obuvanjuba ; era, laba, ama'zi nga gakulukutira ku luwi olwadyo. Omu- 3
saja byeyavamu ngagenda ebuvanjuba ngakute omugwa mu mukonogwe, nagera emikono lukumi, nampisa mu ma'zi, ama'zi agakoma mu bukongovule. Nate nagera lukumi, nampisa mu ma'zi, 4
ama'zi agakoma mu mavivi. Nate nagera lukumi, nampisa mu (ma'zi), ama'zi agakoma mu kiwato.
Oluvanyuma nagera lukumi ; (neguba) muga 5
gwesainza kusomoka : kubanga ama'zi gali gatumbide, ama'zi agokuwugirira, omuga ogutainzika kusomokeka. Nangamba nti Omwana 6
womuntu, olabye ? Awo nantwala nanzi'zayo ku lubalama lwomuga. Awo bwenali nga nzizeyo, 7
laba, ku lubalama lwomuga nga kuliko emiti mingi nyo eruwi neruwi. Awo nangamba nti 8
Ama'zi gano gasibuka okugenda mu njuwi ezebuvanjuba, era galiserengeta mu Alaba : era galigenda eri enyanja ; mu nyanja ama'zi (gyegalida) agasibusibwa ; era ama'zi galiwonyezebwa. Awo 9
olulituka buli kintu ekiramu kyegajula mu buli kifo emiga gyegirituka kiriba kiramu ; era walibawo olufulube lwebyenyanja lungi nyo : kubanga ama'zi gano gatuse eyo, (nama'zi agomunyanja) galiwonyezebwa, na buli kintu kiriba kiramu buli omuga gyegunatukanga. Awo olulituka 10
abavubi baliimirira ku mabali gagwo : okuva Enigedi okutuka Enegalaimu waliba ekifo ekyokusuliramu emigonjo ; ebyenyanja byabwe biriba ngengeri zabyo bwebiriba, okwenkana ebyenyanja ebiri mu nyanja enene, bingi nyo nyini.
Naye ebifo ebyetosi nemiga gyagwo tebiriwonye- 11

12 zebwa ; biriwebwayo eri omunyo. Era ku muga ku lubalama lwagwo eruwi neruwi kulimera buli muti ogubako emere ogutaliwotoka malagala gagwo, so nebibala byagwo tebirigwawo : gulibala ebibala bigya buli mwezi kubanga ama'zi gagwo gava mu watukuvu : nebibala byagwo biriba mere, namalagala gagwo galiba ga dagala kuwonya.

13 Bwati bwayogera Mukama Katonda nti Eno yeriba ensalo gyemuligabanirako ensi okuba obusika ngebika ekumi nebibiri ebya Isiraeri
14 bwebiri : Yusufu (aliba) nemigabo. Namwe muligisika buli muntu nga mune : gyenaimusiza omukono gwange okugiwa bajaja bamwe : era
15 ensi eno eribagwira okuba obusika. Era eno yeriba ensalo yensi : ku luwi olwobukika obwa kono okuva ku nyanja enene mu kubo Eryekesi-
16 roni okutuka awaingirirwa Ezedada ; Kamasi, Berosa, Sibiraimu ekiri wakati wensalo Yedamasiko nensalo Yekamasi ; Kazerakatikoni ekiri
17 ku nsalo Yekalani. Nensalo eva ku nyanja eriba Kazalenoni awali ensalo Yedamasiko, ne ku luwi olwobukika obwa kono ebukika obwa kono yeri ensalo Yekamasi. Olwo lwe luwi olwobukika
18 obwa kono. Noluwi olwebuvanjuba wakati Wekaulani ne Damasiko ne Gireada nensi ya Isiraeri luliba Yolidani ; muligera okuva ku nsalo (eyebukika obwa kono) okutuka ku nyanja eyebuvanjuba. Olwo lwe luwi olwebuvanjuba.
19 Noluwi olwebukika obwadyo eri obukika obwadyo luliva ku Tamala okutuka ku ma'zi Agemeribosikadesi okutuka ku kaga (Akemisiri) okutuka ku nyanja enene. Olwo lwe luwi olwo-
20 bukika obwadyo eri obukika obwadyo. Noluwi olwebugwanjuba luliba nyanja nene okuva ku nsalo (eyobukika obwadyo) okutuka awayolekera awaingirirwa mu Kamasi. Olwo lwe luwi olwe-

bugwanjuba. Bwemutyo bwemuligabana ensi 21
eno mweka na mweka, ngebika bya Isiraeri
bwebiri. Awo olulituka muligigabana nobululu 22
okuba obusika gyemuli neri banagwanga ababera
mumwe abalizala abana mumwe; awo baliba
gyemuli ngenzalwa mu bana ba Isiraeri; baliba
nobusika wamu namwe mu bika bya Isiraeri.
Awo olulituka mu buli kika munagwanga mwa- 23
naberanga eyo gyemulimuwa obusikabwe, bwayo-
gera Mukama Katonda.

48

Era gano ge manya gebika: okuva ku nkome- 1
rero eyebukika obwa kono, ku bali lyekubo
Eryekesironi okutuka awaingirirwa mu Kamasi,
Kazalenani awali ensalo Yedamasiko, ku luwi
olwobukika obwa kono ku bali Eryekamasi; era
baliba nembirizi zabwe nga zitunulira ebuvanjuba
nebugwanjuba; Dani (omugabo) gumu. Nawali 2
ensalo ya Dani, okuva ku lubirizi olwebuvanjuba
okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba; Aseri
(omugabo) gumu. Nawali ensalo ya Aseri, 3
okuva ku lubirizi olwebuvanjuba okutuka ku
lubirizi olwebugwanjuba; Nafutali (omugabo)
gumu. Nawali ensalo ya Nafutali, okuva ku 4
lubirizi olwebuvanjuba okutuka ku lubirizi
olwebugwanjuba; Manase (omugabo) gumu.
Nawali ensalo ya Manase, okuva ku lubirizi 5
olwebuvanjuba okutuka ku lubirizi olwebu-
gwanjuba; Eferaimu (omugabo) gumu. Nawali 6
ensalo ya Eferaimu, okuva ku lubirizi olwebu-
vanjuba okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba;
Leubeni (omugabo) gumu. Nawali ensalo ya 7
Leubeni, okuva ku lubirizi olwebuvanjuba oku-
tuka ku lubirizi olwebugwanjuba; Yuda (omu-
gabo) gumu.

Era awali ensalo ya Yuda, okuva ku lubirizi 8

olwebuvanjuba okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba, we waliba ekitone kyemuliwayo, obugazi bwakyo (emuli) obukumi bubiri mwenkumi tano nobuwanvu nga bwenkana ogumu ku migabo, okuva ku lubirizi olwebuvanjuba okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba: nawatukuvu waliba
9 mukyo wakati. Ekitone kyemuliwayo eri Mukama kiriba obuwanvu bwakyo (emuli) obukumi bubiri mwenkumi tano, nobugazi kakumi.
10 Nekitone ekitukuvu kiriba kyabo, kya bakabona; eri obukika obwa kono (obuwanvu) obukumi bubiri mwenkumi tano, neri obugwanjuba obugazi kakumi, neri obuvanjuba obugazi kakumi, neri obukika obwadyo obuwanvu obukumi bubiri mwenkumi tano: nawatukuvu wa Mukama
11 waliba wakati mukyo. (Kiriba) kya bakabona abatukuzibwa abokubatabani ba Zadoka, abakumanga ebyo byenalagira; abatawabanga abana ba Isiraeri bwebawaba, nga Abalevi bwebawaba.
12 Era kiriba gyebali ekitone ekigyibwa ku kitone ekyensi, ekintu ekitukuvu enyo, awali ensalo
13 Eyabalevi. Nabalevi baliba (nekitundu) ekyenkana nensalo ya bakabona, obuwanvu obukumi bubiri mwenkumi tano nobugazi kakumi: obuwanvu bwona buliba obukumi bubiri mwenkumi
14 tano nobugazi kakumi. So tebakitundanga so tebakiwanyisanga, so nebibala ebiberyeberye ebyensi tebifukanga bya balala: kubanga kitu-
15 kuvu eri Mukama. Nenkumi etano ezifisewo mu bugazi mu maso gobukumi bubiri mwenkumi tano ziriba za bantu bona okulya, za kibuga, za kuberwamu era za mbuga: era ekibuga kiriba
16 wakati omwo. Era kuno kwe kuliba okugerebwa kwawo; olubirizi olwobukika obwa kono enkumi nya mwebikubmi bitano, nolubirizi olwobukika obwadyo enkumi nya mwebikumi bitano, ne ku lubirizi olwebuvanjuba enkumi nya mwebikumi

bitano, nolubirizi olwobugwanjuba enkumi nya
mwebikumi bitano. Era ekibuga kiribako 17
embuga; eri obukika obwa kono ebikumi bibiri
mwatano, neri obukika obwadyo ebikumi bibiri
mwatano, neri obuvanjuba ebikumi bibiri mwa-
tano, neri obugwanjuba ebikumi bibiri mwatano.
Nobuwanvu obufisewo obwenkana ekitone ekitu- 18
kuvu buliba kakumi ebuvanjuba nakakumi
ebugwanjuba: era bulyenkana ekitone ekitu-
kuvu; nebibala byamu biriba bya kulya eri abo
abakola emirimu mu kibuga. Nabo abakola 19
emirimu mu kibuga abomubika byona ebya
Isiraeri banakirimanga. Ekitone kyona kiriba 20
(obugazi) obukumi bubiri mwenkumi tano
(nobuwanvu) obukumi bubiri mwenkumi tano:
muliwayo ekitone ekitukuvu nga kyenkanankana
enjuwi zona, wamu nobutaka obwekibuga.

Nekitundu ekifisewo kiriba kya mulangira, 21
okulirana ekitone ekitukuvu eruwi neruwi nobu-
taka obwekibuga, mu maso gobukumi obubiri
mwenkumi tano obwekitone, okwolekera ensalo
eyebuvanjuba, nebugwanjuba mu maso gobukumi
obubiri mwenkumi etano okwolekera ensalo
eyebugwanjuba, okwenkana emigabo, kye kiriba
ekyomulangira: nekitone ekitukuvu nawatukuvu
awenyumba biriba wakati omwo. Era nate 22
okuva ku butaka Obwabalevi nokuva ku butaka
obwekibuga, obuli wakati wekitundu ekyomu-
langira, wakati wensalo ya Yuda nensalo ya
Benyamini, waliba wa mulangira.

Nebika ebirala; okuva ku lubirizi olwebu- 23
vanjuba okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba;
Benyamini (omugabo) gumu. Nawali ensalo ya 24
Benyamini okuva ku lubirizi olwebuvanjuba oku-
tuka ku lubirizi olwebugwanjuba; Simeoni (omu-
gabo) gumu. Nawali ensalo ya Simeoni okuva 25
ku lubirizi olwebuvanjuba okutuka ku lubirizi

26 olwebugwanjuba ; Isakali (omugabo) gumu. Na-
wali ensalo ya Isakali okuva ku lubirizi olwebu-
vanjuba okutuka ku lubirizi olwebugwanjuba ;
27 Zebuluni (omugabo) gumu. Nawali ensalo ya
Zebuluni okuva ku lubirizi olwebuvanjuba oku-
tuka ku lubirizi olwebugwanjuba ; Gada (omu-
28 gabo) gumu. Nawali ensalo ya Gada, ku lubi-
rizi olwebukika obwadyo eri obukika obwadyo,
ensalo eriva ku Tamala netuka ku ma'zi Ageme-
ribasikadesi okutuka ku kaga (Akemisiri) oku-
29 tuka ku nyanja enene. Eyo ye nsi gyemuligaba-
nira nobululu ebika bya Isiraeri okuba obusika,
era egyo gye migabo gyabwe kina kimu, bwayo-
gera Mukama Katonda.
30 Era wano ekibuga wekikoma ; ku lubirizi
olwobukika obwa kono (emuli) enkumi nya
31 mwebikumi bitano ezigerebwa : nemizigo egye-
kibuga giriba ngamanya gebika bya Isiraeri ;
emizigo esatu egitunulira obukika obwa kono :
omuzigo gwa Leubeni gumu ; omuzigo gwa Yuda
32 gumu ; omuzigo gwa Levi gumu : ne ku lubi-
rizi olwobuvanjuba (emuli) enkumi nya mwebi-
kumi bitano ; nemizigo esatu : omuzigo gwa Yu-
sufu gumu ; omuzigo gwa Benyamini gumu ;
33 omuzigo gwa Dani gumu : ne ku lubirizi olwo-
bukika obwadyo (emuli) enkumi nya mwebi-
kumi bitano ezigerebwa ; nemizigo esatu : omu-
zigo gwa Simeoni gumu ; omuzigo gwa Isakali
34 gumu ; omuzigo gwa Zebuluni gumu : ku lubi-
rizi olwobugwanjuba (emuli) enkumi nya mwe-
bikumi bitano, nemizigo gyabwe esatu : omuzi-
go gwa Gada gumu ; omuzigo gwa Aseri gumu ;
35 omuzigo gwa Nafutali gumu. Kiriba kya (muli)
kakumi mu kanana okwetolola : nerinya eryeki-
buga okuva ku lunaku olwo liriba nti Mukama
ali omwo.

EKITABO

KYA

DANIERI.

1

Mu mwaka ogwokusatu mu mirembe gya Yekoyakimu kabaka wa Yuda, Nebukadineza kabaka Webabuloni naja Eyerusalemi, nakizingiza. Mukama namuwayo Yekoyakimu kabaka wa Yuda mu mukonogwe, era nebintu ebyomunyumba ya Katonda ebimu: nabitwala munsi Sinala mu nyumba ya katondawe: naleta ebintu mu gwanika lya katondawe. Kabaka namugamba Asipenazi omukulu wabalawebe, aingize ku bana ba Isiraeri, abomuzade lya kabaka neryabakungu: abavubuka abataliko bulema, wabula abamaso amalungi, era abategevu mu magezi gona, era abakabakaba mu kutegera, era abamanya ebiigirizibwa, era abasanira okuimirira mu nyumba ya kabaka: era abaigirize amagezi Agabakalidaya nolulimi lwabwe. Kabaka nabalagira omugabo ogwa bulijo ogwokumere ya kabaka, nogwokumwenge gweyanywanga, era babalisize emyaka esatu: bwegirigwako balyoke baimirire mu maso ga kabaka. Nemuba mwabo, ku bana ba Yuda, Danieri, Kananiya, Misaeri, ne Azaliya. Nomukulu wabalawe nabatuma amanya: Danieri namutuma Berite-

1 2 3 4 5 6 7

saza: ne Kananiya (namutuma) Saderaka: ne Misaeri (namutuma) Mesaka: ne Azaliya (namu-
8 tuma) Abedanego. Naye Danieri natesa mu mutimagwe obuteyononyanga nemere ya kabaka, newakubade nomwenge gweyanywanga: kyeyava amusaba omukulu wabalawe aleme okweyono-
9 nyanga. Ne Katonda namulabisa Danieri ekisa nokusasirwa mu maso gomukulu wabalawe.
10 Omukulu wabalawe namugamba Danieri nti Ntide mukama wange kabaka, eyabalagira byemunalyanga nebyemunanywanga: kubanga kiki ekiriba kimulabya amaso gamwe nga tegafanana bulungi ngabavubuka abenkana namwe obukulu? Bwegutyo omutwe gwange gwandirabye akabi eri
11 kabaka. Danieri nalyoka amugamba omusigire, omukulu wabalawe gweyafuza Danieri, Kananiya,
12 Misaeri, ne Azaliya: nti Okemere abadubo enaku kumi, nkwegairide: batuwenga ebijanjalo
13 okulya, nama'zi okunywa. Amaso gafe galyoke gakeberwe woli, namaso gabavubuka abalyanga ku mere ya kabaka: era nga bwoliraba, okole bwotyo
14 eri abadubo. Awo nabawulira mu bigambo ebyo,
15 nabakemera enaku kumi. Awo enaku ekumi bwezagwa, amaso gabwe negafanana malungi, era bali nga bage'ze omubiri, okusinga abavubuka bona
16 abalyanga ku mere ya kabaka. Awo omusigire nebagyako emere yabwe, nomwenge gwebandinywe-
17 denga, nabawa ebijanjalo. Naye abavubuka abo abana, Katonda nabawa okumanya nokutegera mu kuiga kwona namagezi: Danieri naba omukabaka-
18 ba mu kwolesebwa kwona ne mu biroto. Awo enaku bwezagwa, kabaka zeyagamba okubaingiza, omukulu wabalawe nabaingiza mu maso ga Nebu-
19 kadineza. Kabaka nanyumya nabo: ne mwabo bona nemutalabika abali nga Danieri, Kananiya, Misaeri, ne Azaliya: kyebava baimirira mu maso
20 ga kabaka. Ne mu buli kigambo ekyamagezi

nekyokutegera, kabaka kyeyababuza, yabalaba nga basinga emirundi ekumi abasawo, nabafumu bona abali mu bwakabakabwe bwona. Danieri 21
naberawo okutusa ku mwaka ogwoluberyeberye ogwa Kulo kabaka.

2

Ne mu mwaka ogwokubiri mu mirembe gya 1
Nebukadineza Nebukadineza naloto ebiroto:
omwoyogwe negweralikirira, otulotwe netumubula. Awo kabaka nalagira baite abasawo naba- 2
fumu nemandwa Nabakalidaya, okumubulira kabaka ebirotobye. Nebaingira nebaimirira mu maso 3
ga kabaka. Kabaka nabagamba nti Ndose ekiroto,
omwoyo gwange negweralikirira okutegera ekiroto.
Abakalidaya nebalyoka bamugamba kabaka mu 4
lulimi Olusuli nti Ai kabaka, obe omulamu emirembe gyona: obulire abadubo ekiroto, nafe tunalaga amakulu gakyo. Kabaka nadamu 5
nabagamba Abakalidaya nti Ekigambo kinvudeko: bwemutantegeze ekiroto namakulu gakyo, munatemebwatemebwa, nenyumba zamwe zirifuka mungo. Naye bwemunalaga ekiroto nama- 6
kulu gakyo, munawebwa nze ebirabo nempera nekitibwa kingi: kale mundage ekiroto namakulu gakyo. Nebadamu omulundi ogwokubiri nebo- 7
gera nti Kabaka abulire abadube ekiroto, nafe tunalaga amakulu. Kabaka nadamu nayogera 8
nti Ntegerede dala nga mwagala okufuna ebanga, kubanga mulabye ngekigambo kinvudeko. Naye 9
bwemutantegeze ekiroto, waliwo eteka limu gyemuli: kubanga mutesetese okulimba nebigambo ebivundu okwogera mu maso gange okutusa ebiro lwebiriwanyisibwa: kale mumbulire ekiroto, nange ndyoke ntegere nga muinza okundaga amakulu gakyo. Abakalidaya nebadamu mu 10
maso ga kabaka, nebogera nti Tewali muntu

munsi nomu ainza okulaga ekigambo kya kabaka: kubanga tewali kabaka newakubade omukungu newakubade owesaza eyali abuzi'za ekigambo ekifanana bwekityo omusawo yena newakubade omufumu yena newakubade Omukalidaya yena.
11 Era ekigambo kino tekirabwanga kabaka kyawaliriza, so tewali ainza okukiraga mu maso ga kabaka, wabula bakatonda abatatula nabalina emi-
12 biri. Kabaka kyeyava asunguwala neyejumula nyo, nalagira okubata abagezigezi bona Abebabu-
13 loni. Eteka neritekebwa, abagezigezi nebagenda okutibwa: nebanonya Danieri ne bane okubata.
14 Awo Danieri namudamu namagezi nobukabakaba Alioka omwami wa baserikale ba kabaka, eyaja
15 okuta abagezigezi Abebabuloni: nadamu namugamba Alioka omwami wa kabaka nti Kiki ekyanguiriza bwekityo eteka eriva eri kabaka? Alioka
16 nalyoka amutegeza Danieri ekigambo ekyo. Danieri naingira namwegairira kabaka okumutekerawo olunaku, naye ngalimulaga kabaka amakulu.
17 Awo Danieri nagenda mu nyumbaye, nabate-
18 geza ekigambo ekyo Kananiya, Misaeri ne Aza-
19 liya, bane: bamusabe Katonda owomugulu okubasasira olwekyama ekyo: Danieri ne bane baleme okuzikirira awamu nabagezigezi abalala Abebabuloni. Ekyama nekiryoka kimubikulirwa Danieri mu kwolesebwa okwekiro. Danieri nalyo-
20 ka amwebaza Katonda owomugulu. Danieri nadamu nagamba nti Lyebazibwe erinya lya Katonda emirembe nemirembe: kubanga amagezi namanyi
21 gage: era oyo yawanyisa ebiro nebisera: agyawo bakabaka, era asayo bakabaka: abawa amagezi abagezigezi, nokumanya eri abo abamanyi
22 okutegera: abikula ebigambo ebyobuziba ebyekyama: ebiri mu kizikiza abimanyi, era omusana
23 gubera naye. Nkwebaza, nkutendereza, ai gwe Katonda wa bajaja bange, ampade amagezi nama-

nyi, era antegezeza kakano byetwakusabye : kubanga otutegezeza ekigambo kya kabaka. Danieri 24
kyeyava aingira eri Alioka, kabaka gweyali
atesewo okuzikiriza abagezigezi Abebabuloni :
nagenda namugamba bwati nti Tozikiriza bagezigezi Abebabuloni : onyingize mu maso ga kabaka,
nange namulaga kabaka amakulu.

Awo Alioka nayanguwa naingiza Danieri mu 25
maso ga kabaka, namugamba bwati nti Ndabye
omusaja owomubana abomubunyage bwa Yuda,
anamutegeza kabaka amakulu. Kabaka nadamu 26
namugamba Danieri, erinyalye Beritesaza, nti
Gwoinza okuntegeza ekiroto kyenalaba, namakulu gakyo? Danieri nadamu mu maso ga 27
kabaka, nayogera nti Ekyama kabaka kyawaliri'za, abagezigezi tebainza kukiraga kabaka newakubade abafumu newakubade abasawo newakubade abalaguzi: naye waliwo Katonda mu gulu abi- 28
kula ebyama, era amutegezeza kabaka Nebukadineza ebiribawo mu naku ezenkomerero. Ekirotokyo era omutwegwo byegwayolesebwa ku
kitandakyo, bye bibino : gwe, ai kabaka, ebiro- 29
wozobyo nebikujira ku kitandakyo, ebiribawo
oluvanyuma: naye abikula ebyama akutegezeza 30
ebiribawo. Naye nze ekyama kino tekimbikulidwa nze olwamagezi gona genina okusinga omuntu
yena omulamu, naye (kyekivude kimbikulirwa)
kabaka ategezebwe amakulu, nawe otegere ebirowozo ebyomumutimagwo. Gwe, ai kabaka, 31
watunula, era, laba, ekifananyi ekinene. Ekifananyi ekyo, ekyamanyi, ekyamasamasa enyo nyini,
nekiimirira mu masogo : nengeri yakyo ya ntisa.
Ekifananyi ekyo, omutwe gwakyo gwa zabu 32
nungi, ekifuba kyakyo nemikono gyakyo bya
feza, olubuto lwakyo nebisambi byakyo bya
kikomo, amagulu gakyo ga kyuma, ebigere 33
byakyo ekitundu kya kyuma, nekitundu kya

34 bumba. Watunula okutusa ejinja lweryatemebwa awatali ngalo, nerikuba ekifananyi ebigere
35 ebyekyuma nebumba, neribimenyamenya. Ekyuma, nebumba, nekikomo, ne feza, ne zabu nebiryoka bimenyekamenyekera wamu, nebifuka ngebisusunku ebyomuguliro ekyanda nga kituse: empewo nezibitwalira dala bwezityo nokulaba nebitalaba banga: nejinja eryakuba ekifananyi nerifuka olusozi olunene, nerijula ensi zona.
36 Ekiroto kye kikyo: era tunayatula amakulu
37 gakyo mu maso ga kabaka. Gwe, ai kabaka, oli kabaka wa bakabaka, Katonda owegulu gweyawa
38 obwakabaka, nobuinza, namanyi, nekitibwa: era abana babantu gyebatula yona, yagaba ensolo ezomunsiko nenyonyi ezomugulu mu mukonogwo, era yakubifuza gwe byona: gwoli mutwe gwa
39 zabu. Era walikudirira obwakabaka obulala, bwosinga gwe, bulibawo: nobwakabaka obulala obwokusatu obwekikomo obulifuga ensi zona.
40 Nobwakabaka obwokuna buliba bwa manyi ngekyuma: kubanga ekyuma kimenyamenya ebintu byona, era kibijemulula: era ngekyuma ekibetenta ebyo byona, bwebulimenyamenya bwebu-
41 libetenta bwebutyo. Era kubanga walaba ebigere nobugere, ekitundu kya bumba eryomubumbi, nekitundu kya kyuma, obwakabaka buliba bwawulemu: naye muliba mubwo ku manyi gekyuma, kubanga walaba ekyuma nga
42 kitabudwamu ebumba eryetosi. Era ngobugere bwebwali ekitundu kya kyuma, nekitundu kya bumba, era nobwakabaka bwebuliba bwebutyo, ekitundu kya manyi, nekitundu kimenyefu.
43 Era kubanga walaba ekyuma nga kitabudwamu ebumba eryetosi, balyetabula nezade lyabantu: naye tebaligatagana boka na boka, era ngekyuma
44 bwekitetabula na bumba. Era mu mirembe gya bakabaka abo, Katonda owegulu alisawo obwa-

kabaka, ogutalizikirizibwa emirembe gyona, so no-
kufuga kwabwo tekulirekerwa gwanga dala : naye
bulimenyamenya era bulizikiriza obwakabaka
obwo bwona, era bulibererawo emirembe gyona. Kuba- 45
nga walaba ejinja nga lyatemebwa mu lusozi
awatali ngalo, era nga lyamenyamenya ekyuma,
nekikomo, nebumba, ne feza, ne zabu : Katonda
omukulu amutegezeza kabaka ebiribawo oluva-
nyuma : era ekiroto kya mazima dala, nama-
kulu gakyo tegabusibwabusibwa. Awo kabaka 46
Nebukadineza nalyoka avunama amasoge namu-
sinza Danieri, nalagira okumuwa sadaka nomu-
gavu. Kabaka namudamu Danieri nayogera nti 47
Mazima Katonda wamwe ye Katonda wa baka-
tonda, era ye Mukama wa bakabaka, era ye mubi-
kuzi webyama, kubanga oinziza okubikula
ekyama ekyo. Kabaka nalyoka amufula Danieri 48
omukulu, namuwa ebirabo ebingi ebinene,
namuwa okufuga esaza lyona Eryebabuloni, era
okuba omwami omukulu owabagezigezi bona
Abebabuloni. Danieri nasaba kabaka, nabakuza 49
Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, mu bigambo
ebyesaza Eryebabuloni : naye Danieri nabera
mu wankaki wa kabaka.

3

Nebukadineza kabaka yakola ekifananyi ekya 1
zabu, obuwanvu bwakyo emikono nkaga, nobu-
gazi bwakyo emikono mukaga : nakiimiriza mu
lusenyi lwa Dula, mu saza Eryebabuloni. Awo 2
Nebukadineza kabaka natuma okukunganya aba-
masaza, nabamyuka, nabafuga, nabalamuzi, naba-
wanika, nabakungu, nabamateka, nabakulu bona
abomumasaza, baje eri ekifananyi Nebukadineza
kabaka kyeyamiriza bwekiriwongebwa. Awo aba- 3
masaza, nabamyuka, nabafuga, nabalamuzi, naba-
wanika, nabakungu, nabamateka, nabakulu bona

abomumasaza, nebakungana olwokuwonga ekifananyi Nebukadineza kabaka kyeyaimiriza: nebaimirira mu maso gekifananyi Nebukadineza
4 kyeyaimiriza. Awo omulangizi nayogerera wagulu nti Mwe mulagirwa, mwe abantu, ama-
5 wanga, nenimi, bwemunawulira edobozi lyakagombe, nendere, nenanga, namadinda, nekidongo, nekondere, na buli ngeri yona evuga, nemulyoka muvunama nemusinza ekifananyi ekya zabu
6 Nebukadineza kabaka kyeyaimiriza: era buli analema okuvunama nokusinza mu kisera ekyo alisulibwa wakati mu kikomi ekyaka nomuliro.
7 Awo abantu bona bwebawulira edobozi lyakagombe, nendere, nenanga, namadinda, nekidongo, na buli ngeri yono evuga, abantu bona, amawanga, nenimi, nebalyoka bavunama nebasinza ekifananyi ekya zabu Nebukadineza kabaka
8 kyeyaimiriza. Awo mu biro ebyo Abakalidaya
9 abamu nebaja, nebalopa Abayudaya. Nebadamu nebamugamba Nebukadineza kabaka nti
10 Ai kabaka, obere omulamu emirembe gyona. Gwe, ai kabaka, wateka eteka, nti buli anawulira edobozi lyakagombe, nendere, nenanga, namadinda, nekidongo, nekondere, na buli ngeri yona evuga,
11 anavunama nasinza ekifananyi ekya zabu: era buli analema okuvunama nokusinza alisulibwa
12 wakati mu kikomi ekyaka nomuliro. Waliwo Abayudaya abamu bewakuza mu bigambo ebyesaza Eryebabuloni, Saderaka, Mesaka, ne Abedanego: abasaja abo, ai kabaka, tebakulowozeza: tebawereza bakatondabo, so tebasinza kifananyi
13 kya zabu kyewaimiriza. Awo Nebukadineza nalyoka asunguwala heyejumula nalagira okuleta Saderaka, Mesaka, ne Abedanego. Awo
14 nebaleta abasaja abo mu maso ga kabaka. Nebukadineza nadamu nabagamba nti Mwe Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, mukigenderede bugende-

rezi obutawereza katonda wange, nobutasinza kifananyi kya zabu kyenaimiriza. Kale no, 15
bwemunakiriza nga muwulide edobozi lyakagombe, nendere, nenanga, namadinda, nekidongo, nekondere, na buli ngeri yona evuga, okuvunama nokusinza ekifananyi kyenakola, (kale): naye bwemutasinze, mu kisera ekyo munasulibwa wakati mu kikomi ekyaka nomuliro: era katonda aliwa oyo anabawonya mu mikono gyange?
Saderaka, Mesaka, ne Abedanego nebadamu 16
nebamugamba kabaka nti Ai Nebukadineza, tekitugwanira kukudamu mu kigambo ekyo.
Bwekinaba bwekityo, Katonda wafe gwetuwe- 17
reza ainza okutuwonya mu kikomi ekyaka nomuliro: era anatuwonya mu mukonogwo, ai kabaka.
Naye bwekitabe bwekityo, tegera, ai 18
kabaka, nga tetugenda kuwereza bakatondabo, newakubade okusinza ekifananyi ekya zabu kyewaimiriza.
Awo Nebukadineza nalyoka yejumu- 19
lira dala, nengeri yamasoge newanyisibwa eri Saderaka, Mesaka, ne Abedanego: nayogera, nalagira okwasa ekikomi emirundi musanvu okukira bwekyaisanga okwaka.
Nalagira aba- 20
manyi abamu abomugyerye okusiba Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, okubasula mu kikomi ekyaka nomuliro.
Awo abasaja abo nebalyoka 21
babasiba nga bambade seruwale zabwe, nebizibawo byabwe, neminagiro gyabwe, nengoye zabwe (endala), nebabasula wakati mu kikomi ekyaka nomuliro.
Awo kubanga kabaka yaba- 22
kutirira dala, nekikomi nga kyase nyo, enimi zomuliro nezita abasaja abo abakwata Saderaka, Mesaka, ne Abedanego.
Nabasaja abo abasatu, 23
Saderaka, Mesaka, ne Abedanego nebagwa wakati mu kikomi ekyaka nomuliro, nga basibidwa.
Awo 24
Nebukadineza kabaka nalyoka yewunya, nayanguwa nagolokoka: nayogera nabagamba aba-

kungube nti Tetusude basaja basatu nga basibidwa wakati mu muliro? Nebadamu nebamugamba kabaka nti Mazima, ai kabaka.
25 Nadamu nayogera nti Laba, nze ndaba abasaja bana nga basumuludwa, nga batambulira wakati mu muliro, songa tebaliko kabi: nokufanana kwowokuna kuli nganga omwana wa bakatonda.
26 Nebukadineza nalyoka asembera ku mulyango gwekikomi ekyaka nomuliro: nayogera nti Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, mwe abadu ba Katonda ali wagulu enyo, mufulume muje wano. Saderaka, Mesaka ne Abedanego nebalyoka ba-
27 fuluma wakati mu muliro. Nabamasaza, nabamyuka, nabafuga, nabakungu ba kabaka nebakungana nebalaba abasaja abo, ngomuliro teguinziza mibiri gyabwe, so nenviri ezokumitwe gyabwe nga tezisiride, so nengoye zabwe nga teziwanyisibwa,
28 so nolusu lwomuliro nga terubabadeko. Nebukadineza nayogera nti Katonda wa Saderaka, Mesaka, ne Abedanego yebazibwe, atumye malaikawe, era awonyeza abadube abamwesize nebawanyisa ekigambo kya kabaka, nebawayo emibiri gyabwe, baleme okuwereza newakubade okusinza katonda yena, wabula Katonda wabwe
29 bo. Kyenva nteka eteka, nga buli bantu, negwanga, nolulimi, abanayogeranga obubi bwona eri Katonda wa Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, balitemebwatemebwa, nenyumba zabwe balizifula olubungo: kubanga tewali katonda mulala
30 ainza okuwonya mu ngeri eyo. Kabaka nalyoka akuza Saderaka, Mesaka, ne Abedanego, mu saza Eryebabuloni.

4

1 Nebukadineza kababa (nze mbawandikide) abantu bona, amawanga, nenimi, abatula munsi
2 zona: emirembe gyeyongere gyemuli. Ndabye

nga kirungi okulaga obubonero nebyamagero Katonda ali wagulu enyo byeyakola gyendi. Obubonerobwe nga bukulu ! nebyamagerobye nga bya manyi ! obwakabakabwe bwe bwakabaka obutaligwawo, nokufugakwe kwa mirembe na mirembe. 3

Nze Nebukadineza nali mpumulira mu nyumba yange, era nga njerera mu lyumba lyange. Nendaba ekiroto ekyantisa ; nebyo byenalowolezanga ku kitanda kyange, nomutwe gwange byegwayolesebwanga, nebineralikiriza. Kyenava nteka eteka okuingiza gyendi abagezigezi bona Abebabuloni, bantegeze amakulu gekiroto. Awo nebaingira abasawo, nabafumu, Nabakalidaya, nabalaguzi : nenjatulira ekiroto mu maso gabwe : naye nebatantegeza amakulu gakyo. Naye oluvanyuma Danieri naingira gyendi, erinyalye Beritesaza, ngerinya lya katonda wange bweriri, era omuli omwoyo gwa bakatonda abatukuvu ; nenjatulira ekiroto mu masoge nti Gwe Beritesaza, omukulu wabasawo, kubanga manyi ngomwoyo gwa bakatonda abatukuvu guli mugwe, songa tewali kyama ekikweralikiriza, mbulira byenayolesebwa mu kiroto kyange kyendabye, namakulu gakyo. Omutwe gwange byegwayolesebwa ku kitanda kyange byali bwebiti ; natunula, era, laba, omuti wakati munsi, nobuwanvu bwagwo bunene. Omuti negukula, neguba gwa manyi, nobuwanvu bwagwo nebutuka mu gulu, nokulengerwa kwagwo nekutuka ku nkomerero yensi zona. Amalagala gagwo malungi, nebibala byagwo bingi, era mugwo mwalimu emere emala bona : ensolo ezomunsiko zegamanga mu kisikirize kyagwo, nenyonyi ezomugulu nezitula ku matabi gagwo, ne byona ebirina emibiri nebigulyangako. Nalaba mwebyo omutwe gwange byegwayolesebwa ku kitanda kyange, era laba, omutunuzi era omutukuvu na'ka ngava mu gulu. Nayogerera 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14

wagulu, nagamba bwati nti Temera dala omuti, ogutemeko amatabi gagwo, ogukunkumuleko amalagala gagwo, osasanye ebibala byagwo : ensolo zive wansi wagwo, nenyonyi ku matabi gagwo.
15 Era naye ekikonge kyekikolo kyagwo kirekere mu taka, nga kiriko ekyuma ekisiba nekikomo, mu mudo omugonvu ogwomunsiko : era kitobenga nomusulo ogwomugulu, nomugabogwe gubenga ne-
16 nsolo mu mudo ogwensi : omutimagwe guwanyisibwe obutaba gwa muntu, awebwe omutima
17 gwensolo : era ebisera omusanvu bimuiteko. Omusango ogwo guvude mu teka eryabatunuzi, nokutesa okwo kuvude mu kigambo ekyabatukuvu : abalamu balyoke bategere ngoyo ali wagulu enyo yafugira mu bwakabaka bwabantu, era ngabuwa buli gwayagala, era ngakuza kubwo asinga abantu
18 bona obunaku. Ekiroto ekyo nze kabaka Nebukadineza nakirabye : nawe, gwe Beritesaza, bulira amakulu, kubanga abagezigezi bona abomubwakabaka bwange tebainza kuntegeza makulu : naye gwoinza, kubanga omwoyo gwa bakatonda abatukuvu guli mugwe.
19 Awo Danieri, erinyalye Beritesaza nalyoka yewunya akasera, nebirowozobye nebimweralikiriza. Kabaka nadamu nayogera nti Beritesaza, ekiroto kireme okukweralikiriza newakubade amakulu. Beritesaza nadamu nagamba nti Mukama wange, ekiroto kibe eri abo abakukyawa,
20 namakulu gakyo eri abalabebo. Omuti gwewalabye, ogwameze neguba gwa manyi, obuwanvu bwagwo nebutuka mu gulu, nokulengerwa
21 kwagwo munsi zona : amalagala gagwo malungi, nebibala byagwo bingi, era mugwo mulimu emere emala bona : nensolo ezomunsiko nezibera wansi wagwo, nenyonyi ezomugulu nezitula ku
22 matabi gagwo, ye gwe, ai kakaba, akuze noba wa manyi : kubanga obukulubwo bukuze, nebutuka

mu gulu, nokufugakwo ku nkomerero yensi
zona. Era kubanga kabaka yalabye omutunuzi 23
era omutukuvu ngaka ngava mu gulu, era ngayo-
gera nti Temera dala omuti, oguzikirize: era
naye ekikonge kyekikolo kyagwo kirekere mu
taka: nga kiriko ekyuma ekisiba nekikomo, mu
mudo omugonvu ogwomunsiko: era kitobenga
nomusulo ogwomugulu, nomugabogwe gubenga
nensolo ezomunsiko: okutusa ebisera omusanvu
lwebirimuitako: amakulu ge gano, ai kabaka, era 24
lye teka lyoyo ali wagulu enyo, erimujide mukama
wange kabaka: ngoligobebwa okuva mu bantu, 25
era olibera wamu nensolo ezomunsiko, era olirisi-
bwa omudo ngente, era olitoba nomusulo ogwo-
mugulu, era ebisera omusanvu birikuitako:
okutusa lwolitegera ngoyo ali wagulu enyo yafu-
gira mu bwakabaka bwabantu, era abuwa buli
gwayagala. Era kubanga balagide okuleka eki- 26
konge kyekikolo kyomuti: obwakabakabwo buli-
nyuwera gyoli bwolimala okutegera ngegulu lye
lifuga. Kale, ai kabaka, okutesa kwange kukiri- 27
zibwe mu masogo, era omalire dala ebibibyo
ngokola ebyobutukirivu, nebikolwabyo ebitali
bya butukirivu ngosasira abavu, mpozi okuwu-
mulakwo kwongerweko. Ebyo byona byatuka 28
ku kabaka Nebukadineza. Emyezi kumi nebiri 29
bwegyaitawo, yali atambula mu lyumba lya baka-
baka eryomu Babuloni. Kabaka nayogera nti 30
Kino siye Babuloni ekikulu, kyenazimba okuba
enyumba ya bakabaka namanyi agobuinza
bwange nolwekitibwa ekyobukulu bwange? Eki- 31
gambo kyali nga kikyali mu kamwa ka kabaka,
edobozi nerigwa eriva mu gulu, nti Gwe kabaka
Nebukadineza, kyogerwa eri gwe: obwakabaka
bukuvudeko. Era onogobebwa okuva mu bantu, 32
era olibera wamu nensolo ezomunsiko: era olirisi-
bwa omudo ngente, era ebisera omusanvu biriku-

itako: okutusa lwolitegera ngoyo ali wagulu
enyo yafugira mu bwakabaka bwabantu, era
33 abuwa buli gwayagala. Mu sawa eyo ekigambo
nekimutukiririra Nebukadineza: nagobebwa
okuva mu bantu, nalya omudo ngente, nomubirigwe negutoba nomusulo ogwomugulu, okutusa
envirize lwezakula nga (ebyoya) byempungu, ne-
34 njalaze nga (enjala) zenyonyi. Enaku ezo bwezagwa nze Nebukadineza nenyimusa amaso gange
eri egulu, amagezi gange neganziramu, nemwebaza oyo ali wagulu enyo, nemutendereza
nemuwa ekitibwa oyo abera omulamu emirembe
nemirembe, kubanga okufugakwe kwe kufuga
okutaligwawo, nobwakabakabwe bwa mirembe
35 na mirembe: nabo bona abatula munsi abalowoza nga si kintu: era akola nga bwayagala mugye eryomugulu, era ne mwabo abatula munsi: so
siwali ainza okuziiza omukonogwe, newakubade
36 okumugamba nti Okola ki? Mu kisera ekyo amagezi gange neganziramu: nolwekitibwa ekyobwakabaka bwange, obukulu bwange nokumasamasa
kwange nebinziramu: nabakungu bange nabami
bange neba'nonya; nenyuwezebwa mu bwakabaka
bwange, nobukulu obungi enyo nebunyongerwako.
37 Kale nze Nebukadineza mutendereza era mugulumiza era muwa ekitibwa Kabaka wegulu: kubanga emirimugye gyona mazima, namakuboge
ga nsonga: nabo abatambulira mu malala ainza
okubajeza.

5

1 Berisaza kabaka yafumbira embaga enkulu
abamibe lukumi, nanywa omwenge mu maso gabo
2 olukumi. Berisaza, bweyali ngalega ku mwenge,
nalagira okuleta ebintu ebya zabu nebya feza
Nebukadineza kitawe byeyagya mu yekalu eyali
mu Yerusalemi: kabaka nabamibe, abakyalabe

nabazanabe, babinywese. Awo nebaleta ebintu 3
ebya feza ebyagyibwa mu yekalu eyenyumba ya
Katonda eyali mu Yerusalemi : ne kabaka naba-
mibe, abakyalabe nabazanabe, nebabinywesa
Nebanywa omwenge, nebatendereza bakatonda 4
aba zabu naba feza, abebikomo, abebyuma, abemi-
ti, nabamainja. Mu sawa eyo newalabika engalo 5
zomukono gwomuntu, neziwandika mu maso ge-
tabaza ku taka eryokukisenge ekyeryumba lya
kabaka : kabaka nalaba ekitundu kyomukono nga
kiwandika. Awo amaso ga kabaka negawanyisi- 6
bwa gyali, nebirowozobye nebimweralikiriza :
nenyingo ezomukiwatokye nezidirira, namavivige
negakubagana. Kabaka nayogera wagulu okui- 7
ngiza abafumu, Nabakalidaya, nabalaguzi. Ka-
baka nayogera nabagamba abagezigezi Abebabu-
loni nti Buli anasoma okuwandika kuno, era ana-
ndaga amakulu gakwo, alyambazibwa olwefulu-
ngu, era aliba nakajegere aka zabu mu bulagobwe,
era aliba mukulu owokusatu mu bwakabaka.
Awo nemuingira abagezigezi bona aba kabaka : 8
naye nebatainza kusoma kuwandika okwo, newa-
kubade okumutegeza kabaka amakulu. Kabaka 9
Berisaza nalyoka yeralikirira nyo, amasoge nega-
wanyisibwa gyali : abamibe nebabulwa amagezi.
Awo Kadulubale naingira munju eyembaga olwe- 10
bigambo bya kabaka nabamibe; Kadulubale nayo-
gera nti Ai kabaka, obe omulamu emirembe gyo-
na : ebirowozobyo bireme okukweralikiriza, so
namasogo galeme okuwanyisibwa : waliwo omu- 11
saja mu bwakabakabwo, omuli omwoyo gwa ba-
katonda abatukuvu : ne mu mirembe gya kitawo
omusana nokutegera namagezi, ngamagezi ga
bakatonda, byalabikira mwoyo : ne kabaka Ne-
bukadineza kitawo, kabaka, kitawo, namufula
omukulu wabasawo, nabafumu, Nabakalidaya,
nabalaguzi : kubanga omwoyo omulungi enyo, 12

nokumanya, nokutegera, nokulotolola ebiroto, nokulaga ebigambo ebyekyama, nokuzingulula ebyabusibwabusibwa, byalabikira mu Danieri oyo, kabaka gweyatuma Beritesaza. Kale bamuite Danieri, naye analaga amakulu.

13 Awo Danieri nalyoka aingizibwa mu maso ga kabaka. Kabaka nayogera namugamba Danieri nti Gwe Danieri oyo, owomubana abobunyage bwa Yuda, kabaka kitange beyagya mu Yuda?
14 Nkuwulideko, ngomwoyo gwa bakatonda guli mugwe, era ngomusana nokutegera namagezi ama-
15 lungi enyo birabikira mugwe. Ne kakano abagezigezi, abafumu, baingizibwa mu maso gange, basome okuwandika okwo, era bantegeze amakulu gakwo: naye nebatainza kulaga makulu ga kiga-
16 mbo ekyo. Naye gwe nkuwulideko, ngoinza okulotolola nokuzingulula ebibusibwabusibwa: kale bwonoinza okusoma ebiwandikidwa ebyo, nokuntegeza amakulu gabyo, onoyambazibwa olwefuhungu, era oliba nakajegere aka zabu mu bulagobwo, era oliba mukulu owokusatu mu bwa-
17 kabaka. Awo Danieri nadamu nayogera mu maso ga kabaka nti Ebirabobyo bera nabyo gwe, nemperazo oziwe omulala: era naye namusomera kabaka ebiwandikidwa, nemutegeza amakulu.
18 Ai gwe kabaka, Katonda ali wagulu enyo yamuwa Nebukadineza kitawo obwakabaka, nobuinza,
19 nekitibwa, nobukulu: era olwobuinza bweyamuwa, abantu bona, amawanga, nenimi nebakankana nebatya mu masoge: yatanga gweyayagalanga (okuta); era yakumanga omulamu gweyayagalanga (okukuma): era yagulumizanga gweyayagalanga (okugulumiza), era yatowazanga
20 gweyayagalanga okutowaza. Naye omutimagwe bwegwegulumiza, nomwoyogwe negukakanyala bwegutyo nokukola nakola ebyamalala, nalyoka agobebwa ku ntebeye eyobwakabaka, nebamugya-

ko ekitibwakye : nagobebwa okuva mu bana ba- 21
bantu : nomutimagwe negufusibwa ngogwensolo,
nabera wamu nentulege nalisibwa omudo ngente,
omubirigwe negutoba nomusulo ogwomugulu :
okutusa lweyategera nga Katonda ali wagulu
enyo yafugira mu bwakabaka bwabantu, era nga-
kuza kubwo buli gwayagala. Nawe omwanawe, 22
ai Berisaza, tonatowaza mutimagwo, newakubade
nga wamanya ebyo byona : naye wegulumiza eri
Mukama wegulu : nebaleta ebintu ebyomunyu-
mbaye mu masogo, nawe nabamibo, abakyalabo
ne bazanabo, nemubinywesa omwenge : notende- 23
reza bakatonda aba feza, naba zabu, abebikomo,
abebyuma, abemiti, nabamainja, abatalaba, so
tebawulira, so tebategera : ne Katonda oyo alina
omukagwo mu mukonogwe, era nanyini makubo-
go gona, tomuwa kitibwa : ekitundu kyomukono 24
nekiryoka kitumibwa okuva mu masoge, nebi-
wandikidwa ebyo nebiwandikibwa. Era ebiwa- 25
ndikidwa bye bibino, nti MENE, MENE,
TEKEL, UFARSIN. Amakulu gekigambo ge 26
gagano : MENE ; Katonda abaze obwakabaka-
bwo, era abukomeza. TEKEL ; ogeredwa mu 27
kigero, era olabise nga totuka. PERES ; obwa- 28
kabakabwo bugabidwa, buweredwa eri Abamedi
Nabaperesi. Berisaza nalyoka alagira, nebamwa- 29
mbaza Danieri olwefulungu, namusako akajegere
aka zabu mu bulagobwe, nalangira kuye nga ya-
nabanga omukulu owokusatu mu bwakabaka.
Mu kiro ekyo Berisaza kabaka Omukalidaya 30
natibwa. Dalio Omumedi nawebwa obwakaba- 31
ka, bweyali nga yakamaze emyaka nga nkaga
mwebiri.

6

Dalio yalaba nga kirungi okukuza mu bwaka- 1
baka abamasaza kikumi mwabiri, abalibuna obwa-

2 kabaka bwona: era abalibatwala abo abakulu basatu, kwabo Danieri omu: abamasaza abo babalenga
(omusolo) mu maso gabwe, kabaka aleme okufirwa.
3 Awo Danieri oyo nagulumizibwa okusinga abakulu nabamasaza, kubanga omwoyo omulungi
enyo gwali muye: era kabaka yali alowoza
4 okumuwa okufuga obwakabaka bwona. Abakulu nabamasaza nebalyoka banonya ensonga enemusinga Danieri mu bigambo ebyobwakabaka: naye nebatainza kulaba nsonga newakubade akabi: kubanga yali mwesigwa, so newatalabika muye
5 kwonona kwona newakubade akabi. Awo abasaja abo nebogera nti Tetugenda kulaba nsonga enemusinga Danieri oyo, bwetutaligiraba eri ye mu
6 bigambo ebyamateka ga Katondawe. Awo abakulu abo nabamasaza nebakung'ana eri kabaka, nebamugamba bwebati nti Kabaka Dalio, obe
7 omulamu emirembe gyona. Abakulu bonsatule abobwakabaka, abamyuka nabamasaza, abakungu nabafuga, bateseza wamu okuteka eteka lya kabaka, nokulagira ekiragiro ekinyuwevu, nga buli anasabanga katonda yena oba muntu yena enaku amakumi asatu, wabula (ngasabye) gwe, ai kabaka, alisulibwa mu mpuku eyempologoma.
8 Kale, ai kabaka, lagira ekiragiro ekyo, era ose akaboneroko ku biwandikidwa ebyo, bireme okuwanyisibwa, ngamateka Agabamedi Naba-
9 peresi bwegali, agatajulukuka. Kabaka Dalio kyeyava asa akaboneroke ku biwandikidwa neki-
10 ragiro. Awo Danieri bweyamanya ngebiwandikidwa bisibwako akabonero, naingira mu nyumbaye: [era ebitulibye byali bigulidwawo mu njuye nga bitunufira Yerusalemi;] nafukamiranga ku mavivige emirundi esatu buli lunaku, nasaba, neyebaza mu maso ga Katondawe, nga
11 bweyakolanga eda. Awo abasaja abo nebakung'ana nebamusanga Danieri ngasaba era nga

yegairira mu maso ga Katondawe. Nebalyoka 12
basembera, nebogera mu maso ga kabaka ku
kiragiro kya kabaka: nti Tewasa kaboneroko ku
kiragiro, nga buli anasabanga katonda yena oba
muntu yena enaku amakumi asatu, wabula
(ngasabye) gwe, ai kabaka, alisulibwa mu mpuku
eyempologoma? Kabaka nadamu nayogera nti
Ekigambo ekyo kya mazima, ngamateka Agaba-
medi Nabaperesi bwegali agatajulukuka. Neba- 13
lyoka badamu nebogera mu maso ga kabaka nti
Danieri oyo, owomubana abobunyage bwa Yuda,
takulowoza, ai kabaka, newakubade ekiragiro
kyewasako akaboneroko, naye asabanga emirundi
esatu buli lunaku. Awo kabaka, bweyawulira 14
ebigambo ebyo, nanyiga nyo, nateka omutimagwe
ku Danieri okumuwonya: nazibya obude nga-
tegana okumulokola. Awo abasaja abo neba- 15
kung'ana eri kabaka, nebamugamba kabaka nti
Tegera, ai kabaka, nga lino lye teka Eryabamedi
Nabaperesi, nti tewabanga kiragiro newakubade
eteka kabaka lyanyuweza eriwanyisikika. Ka- 16
baka nalyoka alagira, nebamuleta Danieri,
nebamusula mu mpuku eyempologoma. Kabaka
nayogera namugamba Danieri nti Katondawo
gwowerezanga bulijo, oyo anakuwonya. Nebaleta 17
ejinja, nebaliteka ku mulyango gwempuku:
kabaka nalisako akaboneroke ye, era nakabonero
akabamibe: ekigambo kyona kireme okuwanyi-
sibwa eri Danieri. Kabaka nalyoka agenda mu 18
lyumbalye, nasula ngasiba enjala: so tebamu-
letera ebivuga mu masoge: otulo netumubula.
Awo kabaka nakera nyo mu makya nagolokoka, 19
nayanguwa nagenda ku mpuku eyempologoma.
Era bweyasembera ku mpuku awali Danieri, 20
nayogerera wagulu nedobozi eryenaku: kabaka
nayogera namugamba Danieri nti Gwe Danieri,
omudu wa Katonda omulamu, Katondawo,

gwowerezanga bulijo, ainza okukuwonya eri
21 empologoma? Danieri nalyoka amugamba kabaka nti Ai kabaka, obe omulamu emirembe
22 gyona. Katonda wange yatumye malaikawe, naziba emimwa gyempologoma, nezitankola bubi: kubanga mu masoge nalabika nga siriko kabi: era
23 ne mu masogo, ai kabaka, sikolanga kabi. Kabaka nalyoka asanyuka nyo nyini, nalagira okugyamu Danieri mu mpuku. Awo Danieri nagyibwa mu mpuku, so mpawo kabi kona akamulabwako, kubanga yali yesize Katondawe.
24 Kabaka nalagira, nebaleta abasaja abo, abamulopa Danieri, nebabasula mu mpuku eyempologoma, bo, nabana babwe, ne bakazi babwe: empologoma nezibainza, nezimenyamenya amagumba gabwe gona, nga tebanatuka wansi dala mu mpuku.
25 Awo kabaka Dalio nalyoka awandikira abantu bona, amawanga nenimi, abatula munsi zona: nti
26 Emirembe gyeyongere gyemuli. Nteka eteka, mu matwale gona agobwakabaka bwange abantu bakankanenga batyenga mu maso ga Katonda wa Danieri: kubanga oyo ye Katonda omulamu, era omunyuwevu emirembe gyona, nobwakabakabwe bwe butalizikirizibwa nokufugakwe kulitukira
27 dala ku nkomerero: awonya era alokola, era akola obubonero nebyamagero mu gulu ne munsi: eyamuwonya Danieri eri amanyi gempologoma.
28 Bwatyo Danieri oyo nalaba omukisa mu mirembe gya Dalio, ne mu mirembe gya Kulo Omuperesi.

7

1 Mu mwaka ogwoluberyeberye gwa Berisaza kabaka Webabuloni Danieri nalota ekiroto nomutwegwe byegwayolesebwa ku kitandakye: nalyoka awandika ekiroto nayatula ebigambo nga biga-
2 tibwa wamu. Danieri nayogera nti Natunulira mwebyo byenayolesebwa ekiro, era laba, empewo

ezomugulu enya neziwamatuka ku nyanja enene.
Nensolo nya enene neziva mu nyanja nezirinya, 3
ezitafanana zoka na zoka. Eyoluberyeberye yali 4
nganga empologoma, era ngerina ebiwawatiro
byempungu: nentunula okutusa ebiwawatiro
byayo lwebyamānyibwa, neimusibwa okuva ku-
nsi, neimirizibwa nebigere bibiri ngomuntu, ne-
webwa omutima gwomuntu. Era, laba, ensolo 5
endala, eyokubiri, eyali ng'anga dubu, era yali
egulumizibwa ku lubirizi lumu, nembirizi satu
zali mu kamwa kayo amanyo nga gazikute: neba-
gigamba bwebati nti Golokoka, olye enyama
enyingi. Oluvanyuma lwebyo nentunula, era, 6
laba, endala, ngengo, eyalina ebiwawatiro ebina
ebyenyonyi ku mabega gayo: era ensolo yalina
nemitwe ena: newebwa okufuga. Oluvanyuma 7
lwebyo nentunula mwebyo byenayolesebwa ekiro,
era, laba, ensolo eyokuna, eyentisa era eyobuinza,
era eyamanyi amangi enyo: era yalina amanyo
amanene agekyuma: yalya, nemenyamenya, ne-
sambirira ebyasigalawo nebigere byayo: era
teyafanana ngensolo zona ezagisoka: era
yalina amayembe kumi. Nakebera amaye- 8
mbe, era, laba, newamera mugo ejembe
edala, etono, ne mu maso galyo asatu ku
mayembe agoluberyeberye negasimbulirwa dala:
era, laba, mu jembe eryo mwalimu amaso ngama-
so gomuntu, nakamwa akogera ebikulu. Nendaba 9
okutusa entebe lwezatekebwawo, nomukade eya-
kamala enaku enyingi natula: ebyambalobye
byali bitukula ngomuzira, nenviri ezokumutwe-
gwe ngebyoya byendiga ebirungi: entebeye yali
nimi za muliro, ne banamuziga bayo muliro ogwa-
ka. Omuga gwomuliro negutirika negufuluma 10
mu masoge: enkumi olukumi bamuwereza, nobu-
kumi akakumi baimirira mu masoge: omusango
negubawo, ebitabo nebyanjulizibwa. Nentunula 11

mu biro ebyo olwedobozi eryebigambo ebikulu
ejembe byeryayogera: nentunula okutusa ensolo
lweyatibwa, nomubiri gwayo neguzikirizibwa,
12 newebwayo okwokebwa omuliro. Nensolo endala
okufuga kwazo nekuzigyibwako: naye obulamu
13 bwazo nebwongerwako ebanga nekisera. Nenda-
ba mwebyo byenayolesebwa ekiro, era, laba, newa-
ja omu eyafanana ngomwana womuntu nebire
ebyomugulu, najira dala eri omukade eyakamala
14 enaku enyingi, nebamusembeza mu masoge. Na-
webwa okufuga, nekitibwa, nobwakabaka, abantu
bona, amawanga, nenimi, bamuwerezenga: okufu-
gakwe kwe kufuga okwemirembe gyona okutali-
gwawo, nobwakabakabwe bwe butalizikirizibwa.
15 Nange Danieri, omwoyo gwange negunakuwala
wakati mu mubiri gwange, nebyo omutwe gwange
16 byegwayolesebwa nebineralikiriza. Nensemberera
omu kwabo abali baimiride okumpi, nemubuza
amazima gebyo byona. Awo nambulira, nante-
17 geza amakulu gebyo. Ensolo ezo enene, ezali
18 enya, be bakabaka abana, abaliva munsi. Naye
abatukuvu boyo ali wagulu enyo baliwebwa
obwakabaka, era balirya obwakabaka emirembe
19 nemirembe, era nokutusa emirembe gyona. Ne-
ndyoka njagala okumanya amazima gensolo eyo-
kuna, etafanana ngezo zona, eyentisa enyingi,
amanyo gayo ga kyuma, nenjala zayo za kikomo:
eyalya, nemenyamenya, nesambirira ebyasigalawo
20 nebigere byayo: nagamayembe ekumi agali ku
mutwe gwayo, nedala eryamera, asatu negagwa
mu maso galyo: lye jembe eryo eryalina amaso,
nakamwa akayogera ebikulu, obukanu bwalyo
21 bwasinga obugumu ganago. Nentunula, ejembe
22 eryo nerirwana nabatukuvu, neribasinga: oku-
tusa omukade eyakamala enaku enyingi lweyaja,
omusango negubasalirwa abatukuvu boyo ali wa-
gulu enyo; ebiro nebituka abatukuvu nebalya

obwakabaka. Nayogera bwati nti Ensolo eyokuna 23
eriba bwakabaka obwokuna munsi, obutalifanana
ngobwakabaka bwona, era obulirya ensi zona, era
obulizisambirira, era obulizimenyamenya. Nama- 24
yembe ago ekumi, mu bwakabaka obwo muliva
bakabaka kumi abaligolokoka : nomulala alibadirira aligolokoka : naye talifanana ngaboluberye-
berye, naye aligyawo bakabaka basatu. Era alyo- 25
gera ebigambo ebibi eri oyo ali wagulu enyo, era
aliteganya abatukuvu boyo ali wagulu enyo : era
alirowoza okuwanyisa ebisera namateka : era biri-
bwebwayo mu mukonogwe okutusa ekisera nebi-
sera nekitundu kyekisera lwebirigwawo. Naye 26
omusango gulibawo, era balimugyako okufugakwe,
okukumalawo nokukuzikiriza okutusa enkome-
rero. Nobwakabaka nokufuga nobukulu obwo- 27
bwakabaka obuli wansi wegulu lyona, abantu
ababatukuvu boyo ali wagulu enyo balibiwebwa :
obwakabakabwe bwe bwakabaka obutaligwawo,
namatwale gona galimuwereza galimuwulira.
Ekigambo ekyo wekikoma wano. Nange Danieri, 28
ebirowozo byange byaneralikiriza nyo, namaso
gange negawanyisibwa gyendi : naye nenzisa
ekigambo ekyo mu mutima gwange.

8

Mu mwaka ogwokusatu mu mirembe gya Beri- 1
saza kabaka okwolesebwa nekundabikira, nze
Danieri, okudirira okwo okwasoka okundabikira.
Nendaba mwebyo ebyanjolesebwa : nekiba bwe- 2
kiti ; bwenalaba nali mu Susani eryumba, eriri mu
saza Eramu : nendaba mwebyo ebyanjolesebwa,
era nali ku muga Ulai. Nendyoka nyimusa amaso 3
gange, nendaba, era, laba, endiga ensaja eyalina
amayembe abiri neimirira ku mabali gomuga :
namayembe ago abiri gali mawanvu : naye erimu
lyasinga linalyo, era eryasinga lye lyadirira oku-

4 mera. Nendaba endiga ngesindika eri ebugwa-
njuba, neri obukika obwa kono, neri obukika
obwadyo : so mpawo nsolo ezainza okuimirira mu
maso gayo, songa mpawo eyainza okuwonya mu
mukono gwayo : naye yakolanga nga bweyayaga-
5 langa, neyegulumiza. Bwenali nkebera, laba,
embuzi ensaja neva ebugwanjuba neja ngeita ku-
ngulu kunsi yona, netetuka ku taka : era embuzi
yalina ejembe eryalabika enyo wakati wamaso gayo.
6 Nejira endiga eyalina amayembe abiri, gyenalaba
ngeimiride ku mabali gomuga, negifubutukira
7 amanyi gayo nga gagiralusiza. Nengiraba ngese-
mberede endiga, negisunguwalira, nekuba endiga,
nemenya amayembe gayo abiri : so nendiga teya-
limu manyi okuimirira mu maso gayo : naye
negimega wansi, negisambirira, songa mpawo
eyainza okuwonya endiga mu mukono gwayo.
8 Embuzi neyegulumiza nyo : era bweyali eyama-
nyi, ejembe ekulu neriryoka limenyeka : ne mu
kifo kyalyo nemumera ana agalabika enyo agatu-
9 nulira empewo enya ezomugulu. Ne mu limu
mwago nemuva ejembe etono, eryafuka edene enyo,
eri obukika obwadyo, neri obuvanjuba, neri (ensi)
10 eyekitibwa. Nerifuka edene, nokutuka eri egye
eryomugulu : nebyomugye ebimu nemunyenye ezi-
11 mu neribisula wansi, neribisambirira. Wewawo,
lyekuza lyoka, era nokutuka eri omukulu wegye :
nerimugyako (ekiwebwayo ekyokebwa) ekyenaku
12 zona, nekifo ekyawatukuvuwe nekisulibwa. Ne-
gye neriwebwayo eri eryo awamu ne (kiwebwayo
ekyokebwa) ekyenaku zona olwokwonona : neri-
sula amazima wansi : nerikola (nga bweryagala)
13 neriraba omukisa. Nendyoka mpulira omutu-
kuvu ngayogera : nomutukuvu omulala namu-
gamba oyo eyali ayogede, nti Ebikwolesebwa
ebyoku (kiwebwayo ekyokebwa) ekyenaku zona
biritusa wa okubawo, nokwonona okuzisa, oku-

wayo awatukuvu era negye okusambirirwa nebigere? Nangamba nti Biritusa amakya nama- 14
wungera enkumi biri mu bisatu: awatukuvu
newalyoka walongosebwa.

Awo, nze, ye nze Danieri, bwenamala okulaba 15
ebyanjolesebwa ebyo, nendyoka nonya, okubitegera: era, laba, newaimirira mu maso gange ekifananyi ngekyomuntu. Nempulira edobozi lyo- 16
muntu wakati (wemitala gyomuga) Ulai, eryakowola, nerigamba nti Gabirieri, tegeza omusaja oyo ebimwolesebwa. Awo nasembera wenali 17
nyimiride: era bweyaja, nentya, nenvunama amaso gange: naye nang'amba nti Tegera, gwe omwana womuntu: kubanga ebyolesebwa bya kisera kya nkomerero. Awo, bweyali ayogera 18
nange, nenebaka otulo tungi nga nvunama amaso gange: naye nankomako, nanyimiriza. Nayogera 19
nti Laba, nakutegeza ebiribawo mu kisera ekyenkomerero ekyokunyigiramu: kubanga bya kisera kya nkomerero ekya[e]kebwawo. Endiga 20
ensaja gyolabye ebade namayembe abiri, be bakabaka Abobumedi Nobuperesi. Nembuzi ensaja 21
eyekiku'zi ye kabaka Webuyonani: nejembe edene eriri wakati wamaso gayo ye kabaka owoluberyeberye. Neryo erimenyese ne mu kifo kya- 22
lyo nemuimirira ana, obwakabaka buna buliva mu gwanga, buliimirira, naye nga tebulina buinza bwoyo. Ne mu kisera ekyenkomerero ekyobwa- 23
kabaka bwabwe, abononyi nga batukiride, kabaka owamaso amakambwe, era ategera ebigambo ebyekyama, aliimirira. Nobuinzabwe buliba 24
bungi, naye si lwa buinzabwe ye: era alizikiriza kitalo, era aliraba omukisa, era alikola (byalyagala): era alizikiriza abamānyi nabantu abatukuvu. Era 25
olwamagezige alyeza enkwe mu mukonogwe: era alyegulumiza mu mutimagwe, era alizikiriza bangi nga balowoza nga mirembe: era aliimirira oku-

lwanyisa omulangira wabalangira: naye alime-
26 nyeka awatali ngalo. Era ebikwolesebwa ebya-
makya namawungera ebibulidwa bya mazima:
naye gwe bika ku bikwolesebwa: kubanga bya
27 naku eziri ewala. Nange Danieri nenzirika,
nendwala enaku si nyingi; nendyoka ngolokoka,
nenkola emirimu gya kabaka: nenewunya eby-
anjólesebwa, naye mpawo eyabitegera.

9

1 Mu mwaka ogwoluberyeberye gwa Dalio omwa-
na wa Akasuero, owezade Eryabamedi, eyalya
2 okwakabaka Obwabakalidaya: mu mwaka ogwo-
luberyeberye mu mirembegye nze Danieri ebita-
bo nebintegeza omuwendo gwemyaka, Yeremiya
nabi gyeyajirwako ekigambo kya Mukama, okutu-
kiriza Yerusalemi okuzika, gye myaka ensanvu.
3 Nenteka amaso gange eri Mukama Katonda, oku-
nonya nga nsaba era nga negairira, nga nsiba
4 enjala era nga nyambala ebibukutu nevu. Nensa-
ba Mukama Katonda wange, nenjatula, nenjo-
gera nti Ai Mukama, Katonda omukulu era
owentisa, atukiriza endagano nokusasira eri abo
5 abamwagala nebakwata amatekage: twayonona,
era twakola ebyobubambavu, nebyobubi, era
twajema, nga tukyama okuleka ebiragirobyo ne-
6 misangogyo: so tetwawulira badubo banabi, aba-
gambiranga mu linyalyo bakabaka bafe, abala-
ngira bafe, ne bajaja bafe, nabantu bona abomu-
7 nsi. Ai Mukama, obutukirivu bwe bubwo, naye
fe amaso okukwatibwa ensonyi kwe kwafe, nga
lero: abantu abomu Yuda, nabatula mu Yerusa-
lemi, ne Isiraeri yena, abali okumpi, nabo abali
ewala, munsi zona gyewabagobera, olwokwonona
8 kwebayonona gwe. Ai Mukama, amaso okukwa-
tibwa ensonyi kwe kwafe, bakabaka bafe, abala-
ngira bafe, ne bajaja bafe, kubanga twayono

gwe. Mukama Katonda wafe yalina okusasira 9
nokusonyiwa: kubanga twamujemera: so tetwa- 10
wulira dobozi lya Mukama Katonda wafe, okuta-
mbulira mu matekage, geyatesa mu maso gafe
abadube banabi. Wewawo, Isiraeri yena asobeza 11
amatekago, nga bekolobya, baleme okuwulira edo-
boziryo: okukolimirwa kyekwava kutufukirwako,
nekirairo ekyawandikibwa mu mateka ga Musa
omudu wa Katonda: kubanga twamwonona. Na- 12
ye yanyuweza ebigambobye, byeyayogera kufe,
era ne ku balamuzi bafe abatulamulanga, bweya-
tuletera obubi obunene: kubanga wansi wegulu
lyona tekikolebwanga nga bwekyakolebwa ku
Yerusalemi. Nga bwekyawandikibwa mu ma- 13
teka ga Musa, bwebutyo obubi obwo bwona bwa-
tujako: era naye tetunasaba kisa kya Mukama
Katonda wafe, tuleke ebikolwa byafe ebitali bya
butukirivu, era tubere namagezi mu mazimago.
Mukama kyeyava atunulira obubi, nabutuletako: 14
kubanga Mukama Katonda wafe mutukirivu mu
bikolwabye byona byakola, nafe tetwawulira
dobozirye. Ne kakano, ai Mukama Katonda 15
wafe, eyagya abantubo munsi Yemisiri nomu-
kono ogwamanyi, era eyefunira ekitibwa, nga
lero: twayonona, twakola bubi. Ai Mukama, ngo- 16
butukirivubwo bwona bwebuli, obusungubwo no-
bukambwe bwekolobye buve ku kibugakyo Yeru-
salemi, olusozirwo olutukuvu: kubanga olwokwo-
nona kwafe nolwobutali butukirivu bwa bajaja
bafe, Yerusalemi nabantubo bafuse ekivume eri
abo bona abatwetolola. Kale kakano, ai Katonda 17
wafe, wulira okusaba kwomuduwo, nokwegairira-
kwe, era oyakize amasogo awatukuvuwo awa-
zika, kubwa Mukama. Ai Katonda wange, tega 18
okutukwo, owulire: ozibule amasogo, otunulire
ebyafe ebyazika, nekibuga ekitumibwa erinya-
lyo: kubanga tetuleta kwegairira kwafe mu ma-

sogo olwobutukirivu bwafe, wabula olwokusasi-
19 rakwo okungi. Ai Mukama, wulira: ai Mukama, sonyiwa: ai Mukama, wulira okole: tolwawo: kububwo weka, ai Katonda wange, kubanga ekibugakyo nabantubo batumibwa erinyalyo.
20 Awo bwenali njogera, era nga nsaba, era nga njatula okwonona kwange nokwonona kwabantu bange Isiraeri, era nga ndeta okwegairira kwange mu maso ga Mukama Katonda wange olwolusozi
21 olutukuvu olwa Katonda wange: wewawo, bwenali njogera mu kusaba, omusaja Gabirieri, gwenalaba mwebyo byenayolesebwa oluberyeberye, nabusibwa mangu, nankomako nga mu
22 kisera ekya sadaka eyakawungezi. Nanjigiriza, nayogera nange, nagamba nti Gwe Danieri, ka ano nfulumye okukugeziwaza mu kutegera.
23 Bwewasoka okwegairira, ekiragiro nekifuluma, nange nzize okukubulira: kubanga oli mwagalwa nyo: kale lowoza ekigambo ekyo, otegere bye-
24 wayolesebwa. Sabiti ensanvu ziragidwa abantubo nekibugakyo ekitukuvu, okukomya okwonona, nokumalawo okusobya, nokutabaganya olwobutali butukirivu, nokuingiza obutukirivu obutaligwawo, nokusa akabonero kwebyo ebyayolesebwa ne kwebyo ebyalagulwa, nokufuka amafuta
25 kwoyo asinga obutukuvu. Kale manya otegerere dala nga kasoka ekiragiro kifuluma oku'zayo nokuzimba Yerusalemi okutusa kwoyo afukibwako amafuta, omulangira, walibawo sabiti musanvu: era walibawo sabiti nkaga mu biri, nekizimbibwa nate, nolugudo nolusalosalo, newa-
26 kubade mu biro ebyokutegana. Era sabiti nkaga mu biri bwezirigwa, oyo afukibwako amafuta nalyoka azikirizibwa, so taliba na kintu: nabantu abomulangira alija balizikiriza ekibuga nawatukuvu: nenkomereroye eriba namataba, nokutusa enkomerero walibawo entalo: okuzisa

kwalagirwa. Era aliragana endagano enyuwevu 27
nabangi okumala sabiti emu: ne mu kitundu
ekya sabiti alikomya sadaka nekitone: ne ku
kiwawatiro ekyebyemizizo (kulijira) oyo alizisa:
nokutusa byona okutukirizibwa, okwo kwe kwa-
lagirwa, (obusungu) bulifukibwa kwoyo azisa.

10

Mu mwaka ogwokusatu ogwa Kulo kabaka 1
Webuperesi ekigambo kyamubikulirwa Danieri,
eyatumibwa erinya Beritesaza; nekigambo kyali
kya mazima, ze ntalo enene: nategera ekigambo,
nategera byeyayolesebwa. Mu naku ezo nze 2
Danieri namala sabiti satu enamba nga ndi mu
lumbe. Salyanga ku mere enungi, so nenyama 3
newakubade omwenge tebyaingiranga mu kamwa
kange, so sasābanga mafuta, nemalira dala sabiti
satu enamba. Ne ku lunaku olwabiri munya 4
olwomwezi ogwoluberyeberye, bwenali ku mabali
gomuga omunene, ye Kidekeri, nenyimusa amaso 5
gange, nentunula, era laba, omusaja ayambade
bafuta, nga yesibye ekiwatokye ne zabu enungi
eya Ufazi: era nomubirigwe gwali nga berulo, 6
nobwenyibwe ngokumyansa bwekufanana, nama-
soge ngetabaza zomuliro, nemikonogye nebige-
rebye byali ngekikomo ekizigule ebala, nedobozi
lyebigambobye ngedobozi eryekibina ekinene.
Nange Danieri nalaba byenayolesebwa nze 7
nzeka: kubanga abantu abali nange tebalaba
byenayolesebwa: naye okukankana okunene
nekubagwako, nebaduka okwekweka. Awo nze 8
nensigala omu, nendaba ebigambo ebyo ebikulu
byenayolesebwa, so nemutasigala munze mānyi
gona: kubanga obulungi bwange nebufuka obu-
vundu munze, nesiba na mānyi nate. Era naye 9
nempulira edobozi eryebigambobye: era bwena-
wulira edobozi eryebigambobye, nali nebase otulo

tungi nga nvunamye amaso gange, amaso gange
10 nga gatunulira etaka. Era, laba, omukono ne-
gunkwatako, negunfukamiza ku mavivi gange ne
11 ku bibatu byengalo zange. Nangamba nti Gwe
Danieri, gwe omusaja omwagalwa enyo, tegera
ebigambo byenkugamba, wesimbe: kubanga eri
gwe gyentumibwa kakano: era bweyamala oku-
ng'amba ekigambo ekyo, nenyimirira nga nka-
12 nkana. Nalyoka angamba nti Totya, Danieri:
kubanga okuva ku lunaku lwewasokerako oku-
tekateka omutimagwo okutegera, nokwewombeka
mu maso ga Katondawo, ebigambobyo byawu-
13 lirwa: nange nzize olwebigambobyo. Naye
omulangira owobwakabaka Obwebuperesi nanziiza
enaku abiri mu lumu: naye, laba, Mikaeri, omu
ku balangira abakulu, naja okumbera: nembera
14 eyo wamu ne bakabaka Abebuperesi. Kakano
nzize okukutegeza ebiriba ku bantubo mu naku
ezenkomerero: kubanga byewayolesebwa bya
15 naku ezikyali ewala nate. Era bweyamala oku-
ng'amba ngebigambo ebyo, nenkutama amaso
16 gange, nensirika. Era, laba, eyafanana ngabana
babantu nakoma ku mimwa gyange: nendyoka
njasama akamwa kange, nenjogera, nemugamba
oyo anyimiride mu maso gange nti Ai mukama
wange, olwebyo byenayolesebwa enaku zange ne-
17 zinziramu, nesiba na mānyi nate. Kubanga omu-
du wa mukama wange ono ainza atya okwogera
ne mukama wange ono? kubanga nze, amangwago
nemutasigala munze mānyi gona, so nomuka
18 gwona negutabera nate munze. Eyali ngeki-
fananyi kyomuntu nalyoka ankomako nate, oyo
19 nampa amānyi. Nayogera nti Gwe omusaja
omwagalwa enyo, totya: emirembe gibere gyoli,
bera namānyi, wewawo, bera namānyi. Awo
bweyayogera nange, nempebwa amānyi, nenjogera
nti Mukama wange ayogere: kubanga ompade

amānyi. Nalyoka ayogera nti Omanyi kyenvude 20
njija gyoli? ne kakano nadayo okulwana nomu-
langira Owebuperesi: era bwendivayo, laba,
omulangira Owebuyonani alija. Naye nakubulira 21
ebyawandikibwa mu byawandikibwa ebyama-
zima: so siwali ali ku luwi lwange okulwanyisa
abo, wabula Mikaeri, omulangira wamwe. Nange, 11
mu mwaka ogwoluberyeberye ogwa Dalio Omume-
di, naimirira okumunyuweza nokumuwa amānyi.
Ne kakano nakulaga amazima. Laba, waliimi- 2
rira nate bakabaka abasatu mu Buperesi: nowo-
kuna yalisingira dala nyo bona obugaga: era
bwalifuka owamānyi olwobugagabwe, alikubiriza
bona okulwana nobwakabaka Obwebuyonani. Ne 3
kabaka owamānyi aliimirira, alifuga nobuinza
obungi, era alikola bwalyagala. Era bwaliimirira, 4
obwakabakabwe bulimenyeka, era bulyawulibwa-
mu eri empewo enya ezomugulu: naye tebuligabi-
rwa zaderye, so tebuliba ngokufugakwe kweyafu-
ga: kubanga obwakabakabwe bulisimbulwa, bu-
lisimbulirwa abalala awali abo. Ne kabaka 5
wobukika obwadyo aliba namānyi, era omu ku
bakulube: noyo aliba namānyi okumusinga, ali-
fuga: okufugakwe kuliba okufuga okunene.
Emyaka bwegirimala okuitako balyegata wamu: 6
nomuwala wa kabaka wobukika obwadyo alija eri
kabaka wobukika obwa kono okulagana: naye
omuwala taliba na mānyi ga mukonogwe: so no-
yo taliimirira, newakubade omukonogwe: naye
omuwala aliwebwayo, nabo abamuleta, noyo eya-
muzala, noyo eyamuwa amānyi mu biro ebyo.
Naye mu mwana owomubikolobye muliva omu 7
aliimirira mu kifokye, alija eri egye, era aliingi-
ra mu kigo kya kabaka wobukika obwa kono, ali-
balumba, era aliwangula; era ne bakatonda babwe, 8
nebifananyi byabweebisanuse, nebintu byabwe ebi-
rungi ebya feza nebya zabu, alibinyaga alibitwala

mu Misiri: era alimala emyaka egimu ngamu-
9 leka kabaka wobukika obwa kono. Era alija mu
matwale ga kabaka wobukika obwadyo, naye
10 alidayo munsiye. Nabanabe balirwana, era bali-
kung'anya ekibina ekinene, egye eringi, eririitirira,
eriryanjala, eririguka: era balikomawo, balirwana,
11 okutuka awali ekigokye. Ne kabaka wobukika
obwadyo alisunguwala, alivayo, alirwana naye, ka-
baka wobukika obwa kono: era aligaba ekibina
ekinene, nekibina kiriwebwayo mu mukonogwe.
12 Nekibina kiryegulumiza, nomutimagwe gulyei-
musa: era alimega obukumi (obungi), naye tali-
13 wangula. Ne kabaka wobukika obwa kono
alikomawo, era aligaba ekibina ekisinga ekyolu-
beryeberye: era alija ebisera bwebirigwako, gye
14 myaka, ngalina egye edene nebintu ebingi. Ne
mu biro ebyo walibawo abangi abaliimirira oku-
lwana ne kabaka wobukika obwadyo: era naba-
na babo abalina etima mu bantubo balyegolokosa
okunyuweza ebikwolesebwa: naye baligwa.
15 Awo kabaka wobukika obwa kono alija, alikuba
olusozi, alirya ekibuga ekiriko ebigo ebingi: ne-
mikono egyobukika obwadyo tegiribasobola, ne-
wakubade abantube abalonde, so tewaliba mānyi
16 gona okubasobola. Naye oyo aja okumulumba
alikola nga bwayagala ye, so tewaliba aimirira
mu masoge: era aliimirira munsi eyekitibwa, ne
17 mu mukonogwe mulibamu okuzikiriza. Awo ali-
kyusa amasoge okuja namānyi agobwakabakabwe
bwona, nabamazima nga bali wamu naye: era
alikola (byalyagala): era alimuwa omuwala wa-
bakazi, okumwonona: naye taliimirira, so tali-
18 mubera ye. Oluvanyuma lwebyo alikyusa ama-
soge awali ebizinga, aliryako bingi: naye omu-
kulu alikomya ekivume oyo kyeyaleta: era naye
19 alimudizayo ekivumekye. Nalyoka akyusa ama-
soge awali ebigo ebyomunsiye ye: naye alyesita-

la, aligwa, so talirabika. Newalyoka waimirira 20
mu kifokye omu aliisa omusoloza mu kitibwa
ekyobwakabaka : naye mu naku si nyingi alizi-
kirizibwa, si mu busungu, newakubade mu ntalo.
Ne mu kifokye muliimirira omuntu anyomebwa, 21
gwebatawanga kitibwa kya bwakabaka : naye ali-
ja mu biro ebyemirembe, era aliwebwa obwakaba-
ka olwokwegonza. Era nemikono gyamataba 22
baligyirwawo dala mu masoge, era balimenyeka :
wewawo, era nomukulu wendagano. Era nga 23
bamaze okulagana naye alikola ebyobukusa :
kubanga alirinya, era alifuka owamānyi, ngalina
abantu si bangi. Mu biro ebyemirembe alijira 24
nebifo ebisinga obugimu ebyomusaza : era alikola
bajajabe byebatakolanga, newakubade bajaja ba
bajajabe : alibagabira omwandu nomunyago no-
bugaga : wewawo, alisalira enkweze ebigo, oku-
mala ekisera. Era alisasamaza obuinzabwe nobu- 25
zirabwe okulwanyisa kabaka wobukika obwadyo
negye edene : ne kabaka wobukika obwadyo ali-
rwana entalo negye edene enyo, eryamānyi ama-
ngi : naye taliimirira, kubanga balimusalira
enkwe. Wewawo, abalya ku mereye be balimu- 26
zikiriza, negyerye liryanjala : era bangi abaligwa
nga batibwa. Ne bakabaka abo bombi emitima 27
gyabwe igiriba gya kukola bubi, era balyogera
ebyobulimba (nga batude) ku diro limu : naye
tebiriraba mukisa : kubanga enkomerero erituka
mu biro ebyalagirwa era. Nalyoka adayo munsi- 28
ye nobugaga obungi : nomutimagwe gulikyawa
endagano entukuvu : era alikola (byalyagala), na-
lyoka adayo munsiye. Mu biro ebyalagirwa ali- 29
dayo, aligenda mu bukika obwadyo : naye mu biro
ebyoluvanyuma tekiriba nga bwekyali mu biro
ebyoluberyeberye. Kubanga amato Agekitimu 30
galija okumulumba : kyaliva anakuwala, alidayo,
alisunguwalira endagano entukuvu, alikola (bya-

lyagala) : alidirayo dala, alibalowoza abo abaleka
31 endagano entukuvu. Era emikono giriiimirira
ku luwirwe, era baligwagwawaza awatukuvu, kye
kigo, era baligyawo ekiwebwayo ekyokebwa ekye-
naku zona, baliimiriza ekyomuzizo ekizikiriza.
32 Nabo abalikola obubi nga baleka endagano alibakyamyakyamya nokwegonza : naye abantu abamanyi Katonda wabwe baliba namānyi, balikola
33 (ebyobuzira). Nabo abalina amagezi mu bantu baliigiriza bangi : naye ekitala nomuliro, okusibibwa nokunyagibwa, biribagwisa enaku (nyingi).
34 Awo bwebaligwa, baliberwa nokuberwa okutono :
35 naye bangi abalyegata nabo nokwegonza. Nabamu kwabo abalina amagezi baligwa, okubawomya, nokubalongosa, nokubatukuza, okutusa ku kisera ekyenkomerero : kubanga bya kisera ekyalagirwa
36 ekitanatuka. Ne kabaka alikola nga bwalyagala : era alyegulumiza, alyekuza okusinga katonda yena, era alyogera ebyekitalo ku Katonda wa bakatonda : era aliraba omukisa okutusa obusungu lwebulitukirira : kubanga ebyatesebwa birikole-
37 bwa. So talirowoza bakatonda ba bajajabe, newakubade abakazi kyebagala, so talirowoza katonda
38 yena : kubanga alyekuza okubasinga bona. Naye mu kifokye alimuwa ekitibwa katonda webigo : era katonda bajajabe gwebatamanya alimuwa ekitibwa ne zabu, ne feza, namainja agomuwendo
39 omungi, nebintu ebisanyusa. Era aliinza ebigo ebyamānyi amangi katonda omugenyi ngamubera : buli alimukiriza alimwongerako ekitibwa : era alibawa okufuga bangi, era aligaba ensi olwo-
40 muwendo. Ne mu kisera ekyenkomerero kabaka wobukika obwadyo aliinusindika : ne kabaka wobukika obwa kono alija okumulumba nga kibuyaga, ngalina amagali, nabebagala embalasi, namato amangi : era aliingira mu matwale, alya-
41 njala, aliguka. Era aliingira ne munsi eyekiti-

bwa, (namatwale) mangi agalisulibwa : naye bano baliwonyezebwa mu mukonogwe, Edomu, ne Moabu, nabakulu abomubana ba Amoni. Era aligolola omukonogwe ne ku matwale : nensi Yemisiri teriwona. Naye aliinza ebintu ebitereke ebya zabu nebya feza, nebintu byona ebyomuwendo omungi ebyomu Misiri : Nabalibya Nabesiyopya balimugoberera. Naye ebigambo ebiriva mu buvanjuba ne mu bukika obwa kono birimweralikiriza : era alivayo nga yejumude nyo okuzikiriza nokumalirawo dala abangi. Era alisimba ewema zeryumbalye wakati wenyanja nolusozi olwekitibwa olutukuvu : era naye alija ku nkomereroye, so tewaliba amubera.

42 43 44 45

12

Era mu biro ebyo Mikaeri aliimirira, omulangira omukulu aimiririra abana babantubo : era waliba ekisera ekyokunakuwaliramu, ekitabangawo kasoka wabawo egwanga okutusa ku biro ebyo : era mu biro ebyo abantubo baliwonyezebwa, buli alirabika nga yawandikibwa mu kitabo. Era bangi kwabo abebaka mu nfufu eyokunsi balizukuka, abamu eri obulamu obutagwawo, nabamu eri ensonyi nokunyomebwa okutagwawo. Nabo abalina amagezi balyakayakana ngokumasamasa okwomubanga : nabo abakyusa abangi eri obutukirivu ngemunyenye emirembe nemirembe. Naye gwe, Danieri, bika ku bigambo, ose akabonero ku kitabo, okutusa ekisera ekyenkomererro : bangi abaliding'ana embiro, nokumanya kulyeyongera.

1 2 3 4

Nze Danieri nendyoka ntunula, era, laba, abalala babiri nga baimiride, omu ku lubalama lwomuga emitala weno, nomulala ku lubalama lwomuga emitala weri. Nomu namugamba omusaja ayambade bafuta, eyali wagulu wama'zi gomuga,

5 6

7 nti Ebyekitalo ebyo biritusa wa okukoma? Ne-
mpulira omusaja ayambade bafuta, eyali wagulu
wama'zi gomuga, ngagolola omukonogwe ogwa-
dyo nomukonogwe ogwa kono eri egulu, nalaira
oyo, abera omulamu emirembe gyona, nga biritusa
ekisera nebisera nekitundu kyekisera: era bwe-
balimalira dala okumenyamenya amānyi agaba-
ntu abatukuvu, ebyo byona nebiryoka bigwawo.
8 Nempulira, naye nesitegera: nendyoka njogera
nti Ai Mukama wange, ebiriva mwebyo biriba bi-
9 tya? Nayogera nti Wegendere, Danieri: kuba-
nga ebigambo bibikibwako era bisibwako akabo-
10 nero okutusa ekisera ekyenkomerero. Bangi aba-
lyerongosa, abalyetukuza, abaliwomezebwa: na-
ye ababi balikola ebibi: so ku babi tekuliba aba-
litegera: naye abo abalina amagezi balitegera.
11 Era kasoka (ekiwebwayo ekyokebwa) ekyenaku
zona kigyibwawo, ekyomuzizo ekizikiriza nekii-
mirizibwa, walibawo enaku lukumi mu bibiri mu
12 kyenda. Alina omukisa alindirira natuka ku na-
ku olukumi mwebisatu mwasatu mwetano. Na-
ye gwe wegendere okutusa enkomerero lweriba-
wo: kubanga oliwumula, era oliimirira mu mu-
gabogwo, enaku bwezirikoma.

KOSEA.

1

1 Ekigambo kya Mukama ekyamujira Kosea
mutabani wa Beeri mu mirembe gya Uziya,
Yosamu, Akazi, ne Kezekiya, bakabaka ba Yuda,

ne mu mirembe gya Yeroboamu mutabani wa Yoasi, kabaka wa Isiraeri.

Mukama bweyasoka okwogerera mu Kosea, Mukama nagamba Kosea nti Genda owase omukazi owobwenzi nabana abobwenzi: kubanga ensi eyenda obwenzi obunene, ngeva ku Mukama. 2
Awo nagenda nawasa Gomera muwala wa Dibulaimu; naba olubuto namuzalira omwana wa bulenzi. Mukama namugamba nti Mutume erinyalye Yezereeri; kubanga ekyasigadeyo ekisera kitono nempalana omusai gwa Yezereeri ku nyumba ya Yeku, era ndikomya obwakabaka obwenyumba ya Isiraeri. Awo olulituka ku lunaku olwo ndimenyera omutego gwa Isiraeri mu kiwonvu kya Yezereeri. Awo naba olubuto nate nazala omwana wa buwala. Awo (Mukama) namugamba nti Mutume erinyalye Lolukama: kubanga sikyakwatirwa kisa enyumba ya Isiraeri, mbasonyiwe nakatono. Naye ndikwatirwa ekisa enyumba ya Yuda, era ndibalokola ne Mukama Katonda wabwe, so siribalokola na mutego newakubade ekitala newakubade olutalo newakubade embalasi newakubade abazebagade. Awo bweyamala okugya Lolukama ku mabere, naba olubuto nazala omwana wa bulenzi. (Mukama) nayogera nti Mutume erinyalye Loami: kubanga mwe si bantu bange, nange siriba (Katonda) wamwe. 3 4 5 6 7 8 9

Era naye omuwendo gwabana ba Isiraeri guliba ngomusenyu ogwenyanja ogutainzika kupimibwa newakubade okubalibwa; awo olulituka mu kifo mwebagambirwa nti Mwe si bantu bange, webaligambirwa nti Mwe bana ba Katonda omulamu. Awo abana ba Yuda nabana ba Isiraeri balikunganyizibwa, era balyerondera omutwe gumu, nebambuka okuva munsi: kubanga olunaku lwa Yezereeri luliba lukulu. 10 11

2

1 Mugambe baganda bamwe nti Ami ; era mu-
gambe banyamwe nti Lukama.
2 Muwoze ne nyamwe, muwoze ; kubanga si
mukazi wange, so nange siri bawe : era agyewo
obwenzibwe okuva mu masoge, nobukababwe
3 okuva wakati wamaberege ; neme okumwambu-
liza dala, nemutekawo nga bweyali ku lunaku
kweyazalirwa, nemufula ngolukola, nemutekawo
4 ngensi enkalu, nemusa enyonta ; wewawo, aba-
5 nabe siribasasira ; kubanga bana ba bwenzi. Ku-
banga nyabwe yefula omwenzi : eyabazala yawe-
muka : kubanga yayogera nti Ndigoberera ba-
ganzi bange abampa emere yange nama'zi gange,
ebyoya byange nobugogwa bwange, amafuta gange
6 nebyange ebyokunywa. Kale, laba, ndiziba eku-
bolyo namagwa, era ndimukomera olukomera
7 aleme okulaba empitiroze. Era aligoberera baga-
nzibe, naye talibatukako ; era alibanonya, naye
talibalaba : awo nalyoka ayogera nti Nagenda
nenzirayo eri baze wange eyasoka ; kubanga mu
biro ebyo nabanga bulungi okusinga kakano.
8 Kubanga teyamanya nga nze namuwanga engano
nomwenge namafuta, nemwongerako feza ne zabu
9 byebawerezesa Baali. Kyendiva nkomyawo
engano yange mu ntuko zayo, nomwenge gwange
mu kisera kyagwo, nenziyawo ebyoya byange
nobugogwa bwange, ebyandibise ku nsonyize.
10 Awo kakano nayolesa obukababwe baganzibe nga
balaba, so tewaliba alimuwonya mu mukono
11 gwange. Era ndikomya ebinyumobye byona,
embagaze, emyezigye eğyakaboneka, ne sabitize,
12 nokukunganakwe kwona okutukuvu. Era ndi-
zisa emizabibugye nemitinigye, gyeyayogerako
nti Gino ye mpera yange baganzi bange gye-
bampade : era ndigifula ekibira, nensolo ezo-

munsiko žirigirya. Era ndimubonereza olwe- 13
naku za Babaali beyayoterezanga obubane ; bweyeyonja nempetaze ezomumatu nebyobuyonjobwe nagoberera baganzibe, neyerabira nze, bwayogera Mukama. Kale, laba, ndimusendasenda, nemu- 14
leta mu lukola, nemugamba ebigambo ebisanyusa. Era ndimuwa ensukuze ezemizabibu nga nyima 15
eyo, nekiwonvu kya Akola okuba olugi olwokusubira : era aliima eyo okudamu nga mu naku ezobutobwe, era nga mu naku lweyalinya okuva munsi Yemisiri. Awo olulituka ku lunaku olwo, 16
bwayogera Mukama, olimpita Isi ; so tokyampita Baali. Kubanga ndigya mu kamwake amanya 17
ga Babaali, songa tebakyayatulwa amanya gabwe. Awo ku lunaku olwo ndibalaganira endagano 18
nensolo ezomunsiko nenyonyi ezomubanga nebintu ebyetaka ebyewalula : era ndimenya omutego nekitala nolutalo okuva munsi, era ndibagalamiza mirembe. Era ndikwogerereza enaku 19
zona ; wewawo, ndikwogereza mu butukirivu ne mu musango ne mu kisa ne mu kusasira. Ndikwogereza mu bwesigwa : era olimanya Mu- 20
kama. Awo olulituka ku lunaku olwo ndiitaba, 21
bwayogera Mukama, ndiitaba egulu, nalyo liriitaba ensi ; nensi eriitaba engano nomwenge na- 22
mafuta ; nabyo biriitaba Yezereeri. Era ndi- 23
musiga gyendi munsi ; era ndimusasira oyo atasasirwa ; era ndibagamba abo abali si bantu bange nti Mwe muli bantu bange ; nabo balyogera nti (Gwoli) Katonda wange.

3

Awo Mukama nangamba nti Genda nate, oya- 1
gale omukazi ayagalibwa mukwanogwe, era omwenzi, era nga Mukama bwayagala abana ba Isiraeri, newakubade nga bakyukira bakatonda abalala, nebagala ebitole byezabibu enkalu. Awo nemwe- 2

gulira nemuwasa (nebitundu) ebya feza kumi nebitano ne komeri eya sairi kekitundu ekye-
3 komeri eya sairi: nemugamba nti Oliberera awo kulwange enaku nyingi; tolyefula mwenzi, so toliba muka musaja yena: nange bwendiba
4 bwentyo gyoli. Kubanga abana ba Isiraeri baliberera awo enaku nyingi nga tebalina kabaka songa tebalina mulangira songa tebalina sadaka songa tebalina mpagi songa tebalina kizibawo
5 (kya kabona) newakubade baterafi: oluvanyuma abana ba Isiraeri balikomawo nebanonya Mukama Katonda wabwe ne Daudi kabaka wabwe; era balija eri Mukama nga batya neri obulungibwe mu naku ezoluvanyuma.

4

1 Muwulire ekigambo kya Mukama, mwe abana ba Isiraeri: kubanga Mukama alina empaka nabo abali munsi, kubanga tewali mazima newakubade okusasira newakubade okumanya
2 Katonda munsi. Tewali kintu wabula okulaira nokumenya endagano noku'ta noku'ba nokwenda; bawaguza, nomusai gukoma ku musai.
3 Ensi kyeriva ewubala, na buli muntu agitulamu aliyongobera, wamu nensolc ezomunsiko nenyonyi ezomubanga; wewawo, nebye-
4 nyanja ebiri mu nyanja birigyibwawo. Era naye waleme okubawo omuntu awakana so waleme okubawo anenya; kubanga abantubo bali ngabo
5 abawakanya kabona. Era olyesitala emisana, era ne nabi alyesitalira wamu nawe ekiro; era
6 ndizikiriza nyoko. Abantu bange bazikiride olwokubulwa okumanya: kubanga oganyi okumanya, nange ndikugana gwe, oleme okubera kabona gyendi: kubanga werabide amateka ga
7 Katondawo, nange ndyerabira abanabo. Nga bwebayala, bwebatyo bwebanyonona: ndiwa-

nyisa ekitibwa kyabwe okuba ensonyi. Ekibi 8
kyabantu bange ye mere yabwe, nebegomba
obutali butukirivu bwabwe. Awo olulituka 9
ngabantu bwebali ne kabona bwatyo: era ndiba-
bonereza olwamakubo gabwe, era ndibasasula
ebikolwa byabwe. Awo balirya nebatakuta; 10
balyenda so tebalyala: kubanga baleseyo oku-
sayo omwoyo eri Mukama. Obwenzi nomwenge 11
nomwenge omusu bimalawo okutegera. Abantu 12
bange bebuza ku kikonge kyabwe, nomugogwabwe
gwe gubabulira: kubanga omwoyo ogwobwenzi
gubakyamiza, era bagenze nga benda okuva wansi
wa Katonda wabwe. Basalira sadaka ku ntiko 13
zensozi, nebotereza obubane ku busozi, wansi
wemyaloni nemiribine nemyera, kubanga ekisiki-
rize kyagyo kirungi: abawala bamwe kyebava
befula abenzi, nabagole bamwe benda. Siribone- 14
reza bawala bamwe bwebefula abenzi, newaku-
bade abagole bamwe bwebakabawala; kubanga
bo be nyini beyawula nabakazi abenzi, nebasa-
lira sadaka wamu nabakazi abatambuzi: na-
bantu abatategera balisulibwa. Gwe, Isiraeri, 15
newakubade nga wefula omwenzi, naye Yuda
aleme okusobya; so temujanga Egirigali, so
temwambukanga Ebesaveni, so temulairanga nti
Nga Mukama bwali omulamu. Kubanga Isi- 16
raeri akoze ebyobukakakanyavu ngente endusi
enkakanyavu: kakano Mukama alibalisa ngo-
mwana wendiga mu kifo ekigazi. Eferaimu ye- 17
gase nebifananyi; muleke. Byebanywa bika- 18
tuse: benda olutata; abakulube bagala nyo
ensonyi. Empewo emusanikide mu biwawatiro 19
byayo; era balikwatibwa ensonyi olwa sadaka
zabwe.

5

Muwulire kino, mwe bakabona, era muwuliri- 1

ze, mwe enyumba ya Isiraeri, era mutege amatu, mwe enyumba ya kabaka, kubanga omusango guno gwamwe; kubanga mwabanga ekyambika Emizipa, era ekitimba ekyasulibwa ku Tabola.
2 Era abajemu bagenze nyo wansi nga ba'ta; naye
3 nze ndi munenya wabo bona. Manyi Eferaimu, so ne Isiraeri tankisibwa: kubanga kakano, ai Eferaimu, okoze ebyobwenzi, Isiraeri ayononese.
4 Ebikolwa byabwe tebibaganye kukyukira Katonda wabwe: kubanga omwoyo ogwobwenzi guli
5 mubo, so tebamanyi Mukama. Era amalala ga Isiraeri gaba mujulirwa gyali mu masoge: Isiraeri ne Eferaimu kyebaliva besitala mu butali butukirivu bwabwe: era ne Yuda alyesitalira wamu
6 nabo. Baligenda nembuzi zabwe nente zabwe okunonya Mukama; naye tebalimulaba: abeya-
7 wudeko. Bakusi'za Mukama; kubanga bazade abana abamakiro: kakano omwezi ogwakaboneka gulibalya wamu nenimiro zabwe.
8 Mufuwe engombe mu Gibea nekondere mu Lama: mulaye engoma Ebesaveni; nti Nyuma-
9 wo, ai Benyamini. Eferaimu alifuka matongo ku lunaku olwokunenyezebwako: manyisi'za mu bi-
10 ka bya Isiraeri ebyo ebitalirema kubawo. Abakungu ba Yuda bali ngabo abajulula akabonero kensalo: ndifuka obusungu bwange kubo nga-
11 ma'zi. Eferaimu ajogedwa, abetentedwa mu kusalirwa omusango; kubanga yakiriza okutambula
12 okugoberera ekiragiro. Kyenvude mbera eri Eferaimu ngenyenje, neri enyumba ya Yuda ngoku-
13 vunda. Eferaimu bweyalaba endwadeye, ne Yuda nalaba ekiwundukye, awo Eferaimu nagenda eri Obwasuli natumira kabaka Yalebu: naye tainza kubawonya, so talibaloga ekiwundu kyamwe.
14 Kubanga ndiba eri Eferaimu ngempologoma, era ngempologoma ento eri enyumba ya Yuda: nze, nze mwene, nditagula nenvawo; nditwalira dala

so tewaliba wa kuwonya. Ndigenda nenzirayo 15
mu kifo kyange okutusa lwebalikiriza okusobya
kwabwe, nebanonya amaso gange: mu kubonyabo-
nyezebwa kwabwe mwebalinyikirira oku'nonya.

6

Muje tude eri Mukama: kubanga ye yatagula, 1
era yalituwonya; ye yafumita; era yalitunyiga.
Enaku biri nga ziisewo alitulamya: alitugolokosa 2
ku lunaku olwokusatu, nafe tuliba balamu mu
masoge. Era tumanye, tunyikire okumanya Mu- 3
kama; okufulumakwe kwa nkalakalira ngenkya:
era alija gyetuli ngenkuba, ngenkuba eya dumbi
efukirira etaka.

Ai Eferaimu, nakukola ntya? ai Yuda, naku- 4
kola ntya? kubanga obulungi bwamwe buli nga-
nga ekire ekyenkya era ngomusulo oguvawo nga
bukyali. Kyenavanga mbatemya banabi; na- 5
ba'sanga ebigambo ebyomukamwa kange: nemi-
sangogyo giri nganga omusana ogufuluma. Ku- 6
banga njagala ekisa so si sadaka; nokumanya
Katonda okusinga ebiwebwayo ebyokebwa. Na- 7
ye bo nga Adamu basobeza endagano: eyo ba-
nkusi'za. Gireada kibuga kyabo abakola obutali 8
butukirivu, kisigidwako omusai. Era ngebibina 9
ebyabatemu bwebalindirira omusaja, ekibina
ekya bakabona bwebatira bwebatyo mu kubo eri-
genda Esekemu; wewawo, bakoze ebyobukaba.
Mu nyumba ya Isiraeri mwendabide ekigambo 10
ekyekive: obwenzi bulabikide eyo mu Eferaimu,
Isiraeri ayononese. Era nawe, ai Yuda, ebiku- 11
ngulwa byakutekerwawo, bwendikomyawo obu-
sibe obwabantu bange.

7

Bwenjagala okuwonya Isiraeri, obutali butu- 1
kirivu bwa Eferaimu nebulyoka bulabika, nobu-

bi bwa Samaliya ; kubanga bakola ebyobulimba : nomu'bi aingira munda, nekibina ekyabatemu ba-
2 nyagira ebweru. So tebalowoza mu mitima gya-bwe nga nze njijukira obubi bwabwe bwona : ka-kano ebikolwa byabwe bo bibazingiziza ; biri mu
3 maso gange. Basanyusa kabaka nobubi bwabwe,
4 nabakungu nebyobulimba byabwe. Bona benzi ; bali nganga akabiga akakumibwa omwokyi wemi-gati ; aleka okusesa (omuliro) ngamaze okugoya obuta okutusa lwebunamala okuzimbulukuka.
5 Ku lunaku lwa kabaka wafe abakungu berwaza nedalu eryomwenge : yagolola omukonogwe wa-
6 mu nabanyomi. Kubanga bategese omutima gwabwe ngakabiga, nga batega : obusungu bwa-bwe bwebaka nebukesa obude ; enkya bwaka
7 ngomuliro ogwaka. Bona babugumye ngaka-biga, nebalya abalamuzi babwe ; bakabaka babwe
8 bona bagude : tewali kubo ankabira. Eferaimu yetabula mu mawanga ; Eferaimu mugati ogute-
9 kyusibwa. Banagwanga balide amanyige, so ta-
10 manyi : wewawo, atobese envi, so tamanyi. Era amalala ga Isiraeri ye mujulirwa gyali mu maso-ge : era naye tebadanga eri Mukama Katonda wabwe so tebamunonyanga, ebyo byona newaku-
11 bade nga bimaze okubawo. Era Eferaimu ali nganga ejiba esirusiru eritalina magezi : bakabira
12 Misiri, bagenda eri Obwasuli. Bwebaligenda, ndibasulira ekitimba kyange ; ndibasa wansi ngenyonyi ezomubanga : ndibakangavula ngeku-
13 nganiro lyabwe bwebawuliranga. Zibasanze ! kubanga bawabye okunvako ; okuzikirira kuba-tukeko ! kubanga bansobe'za : newakubade nga njagala okubanunula, era naye banjogedeko ebyo-
14 bulimba. So tebankabide nomutima gwabwe, naye bawowoganira ku bitanda byabwe : baku-
15 nganira engano nomwenge, banjemera. Newa-kubade nga naigiriza nenyuweza emikono gya-

bwe, era naye bantesezako obubi. Bakomawo 16
naye si eri (oyo ali) wagulu ; bali ngomutego ogulimba : abakungu babwe baligwa nekitala olwokulaluka kwolulimi iwabwe : kuno kwe kuliba okusekerewa kwabwe munsi Yemisiri.

8

(Teka) ekondere ku mumwagwo. Ngempungu 1
bwatyo (bwaja) okulumba enyumba ya Mukama : kubanga basobeza endagano nebonona amateka gange. Balinkabira nti Katonda wange, fe Isira- 2
eri tukumanyi. Isiraeri asude ekirungi : omulabe 3
alibaiganya. Batadewo bakabaka naye si kubwange ; balonze abakungu nange nga sikimanyi : bekolede ebifananyi ne feza yabwe ne zabu yabwe balyoke bamalibwewo. Asude enyanayo, ai 5
Samaliya ; obusungu bwange bubakideko : ebiro biryenkana wa okutusa lwebaliba nobutayonona ? Kubanga nekyo kivude mu Isiraeri ; omukozi ye 6
yakikola, so si Katonda nakatono : wewawo, enyana ya Samaliya erimenyekamenyeka. Ku- 7
banga basiga embuyaga, era balikungula embuyaga ezakazimu : talina ngano emera ; ekiti tekiribala mere ; nokubala bwekiriba kibaze, banagwanga baligirira da'a. Isiraeri aliridwa dala : 8
kakano bali mu mawanga ngekibya ekitaliko bwekisanyusa. Kubanga bambuse eri Obwasuli 9
ngentulege eri emu yoka : Eferaimu aguliride abaganzi. Wewawo, newakubade nga bagulirira 10
mu mawanga, kakano nabakunganya ; era batanude okukendera olwomugugu gwa kabaka wabalangira. Kubanga Eferaimu ayongede ebyoto 11
okuleta okwonona, ebyoto kyebivude bibera gyali ekyokuleta okwonona. Newakubade nga muwa- 12
ndikira amateka gange mu (biragiro) kakumi, biitibwa kintu kinagwanga. Sadaka ezebyange ebi- 13
webwayo, bawayo enyama okuba sadaka nebagi-

rya ; naye Mukama tabakiriza : kakano anajukira obutali butukirivu bwabwe nabonereza olwebibi byabwe ; balida mu Misiri. Kubanga Isiraeri yerabide Omukoziwe, nazimba amayumba ; era Yuda ayongede ebibuga ebiriko enkomera : naye ndiwereza omuliro ku bibugabye, era gulyokya ebigo byabyo.

9

1 Tosanyuka, ai Isiraeri, nesanyu ngamawanga ; kubanga ogenze ngoyenda okuva ku Katondawo,
2 wegomba empera ku buli guliro. Eguliro nesogolero tebiribalisa, nomwenge omusu gulimugwako.
3 Tebalibera munsi ya Mukama ; naye Eferaimu alidayo mu Misiri, era balirira emere eteri nongofu
4 mu Bwasuli. Tebalifuka (ebiwebwayo) ebyomwenge eri Mukama, so talibasanyukira : sadaka zabwe ziriba gyebali ngemere yabakungubazi ; bona abanagiryangako baliba bononese : kubanga emere yabwe eriba ya kukutibwa (bukutibwa) ;
5 teriingira mu nyumba ya Mukama. Mulikola ki ku lunaku olwokukungana okutukuvu, ne ku
6 lunaku olwembaga ya Mukama ? Kubanga, laba, bagenze okuva awali okuzikirira, (era naye) Misiri alibakunganya, Menfisi alibazika : ebintu byabwe ebya feza ebisanyusa emyenyango giribye-
7 mala : amagwa galiba mu wema zabwe. Enaku ezokubonererezamu zituse, enaku ezokusasuliramu zituse ; Isiraeri alikimanya : nabi musirusiru, omusaja alina omwoyo alaluse, olwolufulube lwobutali butukirivubwo, era okubanga obulabe
8 bungi. Eferaimu (yabanga) mukumi eri Katonda wange : nabi, ekyaffubika ekyomutezi wenyonyi kiri mu makuboge gona, nobulabe mu
9 nyumba ya Katondawe. Beyononye nyo nyini nga mu naku Ezegibea : alijukira obutali butukirivu bwabwe, alibonereza olwebibi byabwe.

Nasanga Isiraeri ngezabibu mu lukola; nalaba bajaja bamwe ngesoka okwengera ku mutini mu mwaka gwagwo ogwoluberyeberye: naye nebaja Ebaalipeola, nebeyawulira ekyo ekikwasa ensonyi, nebafuka abemizizo ngeyo kyebayagala. Eferaimu ekitibwa kyabwe kiribuka kirigenda ngenyonyi: tewaliba kuzala newakubade ali olubuto newakubade egwako. Newakubade nga balera abana babwe, era naye ndibafirisa, newataba muntu asigadewo: wewawo, era ziribasanga bwendibavako! Eferaimu asimbibwa mu kifo ekyokwesima, nga bwenalaba Tulo: naye Eferaimu alifulumya abanabe eri omu'si. Bawe, ai Mukama: oliwa ki? bawe olubuto olutasa namabere amakalu. Obubi bwabwe bwona buli mu Girigali; kubanga eyo gyenabakyaira: olwobubi obwebikolwa byabwe ndibagoba mu nyumba yange: siribagala nate; abakungu babwe bona bajemu. Eferaimu afumitidwa, ekikolo kyabwe kikaze, tebalibala bibala: wewawo, newakubade nga bazala, era naye ndita ekibala ekyolubuto lwabwe ekyagalwa. Katonda wange alibasula kubanga tebamuwulira: era baliba batambuze mu mawanga.

10

Isiraeri muzabibu ogwera, oguleta ebibala byagwo: ngebibalabye bwebyali ebingi, bwatyo bwayongede ebyotobye; ngensiye bweyeyongera okuba enungi, empagi zebakola bwezabanga enungi bwezityo. Omutima gwabwe gwawukanyemu; kakano banalabika omusango nga gubasinze: alikuba ebyoto byabwe, alinyaga empagi zabwe. Mazima kakano banayogera nti Tetulina kabaka: kubanga tetutya Mukama; ne kabaka ainza kutukolera ki? Bogera ebigambo (obugambo), nga balaira ebyobulimba mu

kulagana endagano : omusango kyeguva gumerera
5 mu mbibiro zenimiro ngomususa. Abali mu Samaliya entisa eribakwata olwenyana Ezebesaveni ; kubanga abantu bakyo balikiwubalira, ne bakabona bakyo abakisanyukira, (baliwubalira) ekiti-
6 bwa kyakyo, kubanga kikivudeko. Era nakyo kiritwalibwa Ebwasuli okuba ekirabo kya kabaka Yalebu : Eferaimu aliwebwa ensonyi, ne Isi-
7 raeri alikwatirwa ensonyi okutesakwe ye. Samaliya, kabaka wamu azikiride ngejovu ku ma'zi.
8 Era nebifo ebigulumivu ebyomu Aveni, okwonona kwa Isiraeri, birizikirizibwa : amagwa namatovu galimerera ku byoto byabwe ; era baligamba ensozi nti Mutubikeko ; nobusozi nti Mu-
9 tugweko. Ai Isiraeri, wayononanga okuva ku naku Ezegibea : bāimirira eyo ; olutalo lwebalwana nabana abobujemu luleme okubatukirako
10 mu Gibea. Bwendiba nga njagade, ndibakangavula ; namawanga galikunganyizibwa okulwana nabo, bwebalisibibwa nokusobya kwabwe
11 kwombi. Era Eferaimu nte ndusi eigirizibwa, eyagala okusamba (engano) ; naye ninye mu bulagobwe obulungi. Nditeka ku Eferaimu alimwebagala ; Yuda alirima ; Yakobo alikuba
12 amafunfuguge. Mwesigire mu butukirivu, mukungule ngokusasira bwekuli ; mukabale etaka lyamwe eritali dime : kubanga obude butuse okunonya Mukama, okutusa lwalija nabatonyesako
13 obutukirivu. Mulimye obubi, mukungude obutali butukirivu ; mulide ebibala ebyebyobulimba : kubanga wesiganga ekubolyo, olufulube
14 lwabasajabo abamanyi. Okusasamala kyekuliva kubera mu bantubo, nebigobyo byona birinyagibwa, nga Salimani bweyanyaga Besalaberi ku lunaku olwolutalo : nyabwe yatandagirwa wamu
15 nabanabe. Era bwatyo Beseri bwalibakola olwobubi bwamwe obwenkanide awo : emambya bwe-

riba ngesala, kabaka wa Isiraeri alizikirizibwa dala.

11

ISIRAERI bweyali omwana omuto, namwagala, nempita omwana wange okuva mu Misiri. Nga (bwebeyongera) okubaita, bwebatyo (bwebeyongera) okubavako: bawangayo sadaka eri Babaali, nebotereza obubane ebifananyi ebyole. Era naye naigiriza Eferaimu okutambula; nabawambatira mu mikono gyange; naye tebamanya nga nze nabawonya. Nabawalula nemigwa egyomuntu, nebisiba ebyokwagala; era nabanga gyebali ngabo ababagyako ekikoligo ekiri kumba zabwe, nenteka emere mu maso gabwe. Talida munsi Yemisiri; naye Omwasuli yaliba kabakawe, kubanga bagana okuda. Nekitala kirigwa ku bibugabye, era kirirya ebisibabye nekimalawo olwokutesa kwabwe bo. Era abantu bange bamaliride okuda enyuma okunvako: newakubade nga babaita okuda eri (oyo ali) wagulu, tewali nomu akiriza okumugulumiza. Nakuwayo ntya, Eferaimu? nakugabula (ntya), Isiraeri? nakufula ntya nga Adama? nakusawo (ntya) nga Zeboimu? omutima gwange gukyuse munda yange, okusasira kwange kwakide wamu. Siritukiriza busungu bwange obukambwe, sirida kuzikiriza Eferaimu: kubanga nze Katonda so siri muntu; Omutukuvu ali wakatiwo: so siriingira mu kibuga. Balitambula okugoberera Mukama, naye aliwuluguma ngempologoma: kubanga aliwuluguma, nabana abato balija nga bakankana okuva ebugwanjuba. Balija nga bakankana ngenyonyi eva mu Misiri, era ngejiba eriva munsi Yebwasuli: era ndibatuza mu nyumba zabwe, bwayogera Mukama.

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11

12 Eferaimu anetolozeza obulimba, nenyumba ya
Isiraeri (enetolozeza) obukusa: naye Yuda akya-
fuga awali Katonda, era mwesigwa awali Omutu-
12 kuvu. Eferaimu alya mpewo, era agoberera
empewo ezebuvanjuba: tata kwongera bya buli-
mba na kuzika; era balagana endagano Nobwa-
2 suli, namafuta gatwalibwa mu Misiri. Era Mu-
kama alina empaka ne Yuda, era alibonereza
Yakobo ngamakuboge bwegali; alimusasula
3 ngebikolwabye bwebiri. Mu lubuto yamu-
kwata mugandawe ku kisinziro; era bweya-
4 kula naba nobuinza eri Katonda: wewawo,
yabanga nobuinza ku malaika nawangula: yaka-
ba amaziga namwegairira: yamulaba Ebeseri,
5 era eyo gyeyayogerera nafe; Mukama Katonda
6 owegye; Mukama kye kijukizokye. Kale
kyukira Katondawo: okwatanga okusasira no-
musa ngo, omulindiriranga Katondawo enaku
zona.
7 Musubuzi, minzani eyobulimba eri mu muko-
8 nogwe: ayagala okujoga. Eferaimu nayogera nti
Mazima ngagawade, nefunide ebintu: mu kute-
gana kwange kwona tebalindabako butali butu-
9 kirivu bwona obwandibade ekibi. Naye nze ndi
Mukama Katondawo okuva munsi Yemisiri;
oliba oli awo nenkutuza mu wema nga ku naku
10 ezembaga eyokwewombekerako. Era nayogera-
nga ne banabi, era nyongede okwolesebwa; era
nagereranga engero mu mukono gwa banabi.
11 Gireada butali butukirivu? bo butalimu bwe-
rere; mu Girigali gyebasalira ente okuba sadaka:
wewawo, ebyoto byabwe biri ngebifunvu mu
12 mbibiro zenimiro. Awo Yakobo nadukira mu
nimiro ya Alamu, Isiraeri nawereza omukazi,
13 era nalundira omukazi. Era Mukama nagya
Isiraeri mu Misiri kubwa nabi, era nabi ye yamu-
14 wonya. Eferaimu asunguwaziza nyo nyini:

omusaigwe kyeguliva gusigala kuye, nekivumekye Mukamawe alikimusasula.

13

EFERAIMU bweyayogera, newabawo okukankana; yegulumiza mu Isiraeri: naye bweyayonona olwa Baali, nafa. Awo kakano beyongerayongera okwonona, era bekolede ebifananyi ebisanuse ne feza yabwe, esanamu ngamagezi gabwe bo bwegali, zona mulimu gwa mukozi: bazogerako nti Abasaja abasala sadaka banywegere enyana. Kyebaliva babera ngekire ekyenkya, era ngomusulo oguvawo nga bukyali, ngebisusunku embuyaga ezakazimu byezitwala okubigya mu guliro, era ngomuka oguva mu kituli ogufuluma. Era naye nze ndi Mukama Katondawo okuva munsi Yemisiri; so nawe tolimanya Katonda mulala wabula nze, so tewali mulokozi wazira nze. Nakumanyira mu lukola, munsi eyenyonta enyingi. Ngedundiro lyabwe bweryabanga, bwebakutanga bwebatyo; bakuta, omutima gwabwe negwegulumiza; kyebavude banerabira nze. Kyenvude mbera gyebali ngempologoma: ngengo nditegera ku kubo: ndisisinkana nabo ngedubu enyagidwako abana bayo, era ndiyuza olubiko olwokumutima gwabwe: era ndibalīra eyo ngempologoma; ensolo eyomunsiko eribatagula. Kwe kuzikirirakwo, si Isiraeri, kubanga (oli) mulabe wange, omulabe womubeziwo. Kabakawo no alirudawa, akulokole mu bibugabyo byona? nabalamuzibo bewayogerako nti Mpa kabaka nabakungu? Nkuwade kabaka nga ndiko obusungu, era mugyewo nga ndiko ekiruwi. Obutali butukirivu bwa Eferaimu busibidwa; ekibikye kiterekedwa. Obubalagaze bwomukazi alumwa okuzala bulimutukako: ye

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13

mwana atalina magezi; kubanga ekisera kituse
aleme okulwa mu kifo omuita abana nga baza-
14 libwa. Ndibanunula eri amanyi agamagombe;
ndibagula okuva eri okufa: gwe okufa, ebibono-
bonobyo birirudawa? gwe entana, okuzikirizakwo
kulirudawa? okwenenya kulikwekebwa amaso
15 gange. Newakubade ngalina ebibala bingi mu
bagandabe, embuyaga ezebuvanjuba zirija, omuka
gwa Mukama ogulinya okuva mu lukola, oluzirwe
nerukala, ensuloye negwawo: alinyaga ebibya
16 byona ebisanyusa ebyaterekebwa. Samaliya ali-
bako omusangogwe; kubanga ajemede Kato-
ndawe: baligwa nekitala; abana babwe abawere
balitandagirwa, nabakazi babwe abali embuto
balibagibwa.

14

1 Ai Isiraeri, komawo eri Mukama Katondawo;
2 kubanga ogude olwobutali butukirivubwo. Mu-
twale ebigambo wamu namwe, mukomewo eri
Mukama: mumugambe nti Gyawo obutali butu-
kirivu bwona, okirizeko ebirungi: bwetutyo
tunasasula (ebiwebwayo) ekyomumimwa gyafe,
3 ngente enume. Asuli talituwonya; tetulyeba-
gala embalasi: so tetuligamba nate mulimu gwa
mikono gyafe nti (Mwe muli) bakatonda bafe:
kubanga eri gwe atalina kitawe gyalabira okusa-
4 sirwa. Ndiwonya okuda kwabwe enyuma,
ndibagala kubwange: kubanga obusungu bwange
5 bukyuse okumuvako. Ndiba eri Isiraeri ngomu-
sulo: alimulisa ngedanga, era alisimba emizigye
6 nga Lebanoni. Amatabige galiranda, nobulu-
ngibwe buliba ngomuzeituni, nakalosake nga
7 Lebanoni. Ababera wansi wekisikirizekye bali-
komawo; balirama ngengano, nebamulisa ngomu-
zabibu: akawowoke kaliba ngomwenge ogwa
8 Lebanoni. Eferaimu (alyogera nti) Nkyafayo ki

eri ebifananyi? Nze njitabye, era ndisayo omwoyo eri ye: ninga omuberosi omugimu; ebibalabyo birabika okuva gyendi. Ani alina 9
amagezi nategera bino? (ani alina) obukabakaba nabimanya? kubanga amakubo ga Mukama ga usonga, nabatukirivu baligatambuliramu; naye abasobya baligwa omwo.

YOERI.

1

Ekigambo kya Mukama ekyajira Yoeri mutabani wa Pesueri. 1

Muwulire kino, mwe abakade, era mutege okutu, mwe mwena abali munsi. Kino kyali kibadewo mu biro byamwe oba mu biro bya bajaja bamwe? Mukibulire abana bamwe, na- 3
bana bamwe (babulire) abana babwe, nabana babwe abemirembe emirala. Ebyo akawuka 4
byekafisawo enzige ebiride; nebyo enzige byeyafisawo kalusejera kabiride; nebyo kalusejera byekafisawo akacaka kabiride. Muzukuke, mwe 5
abatamivu, mukabe amaziga; muwowogane, mwe mwena abanywa omwenge, olwomwenge omuwomerevu; kubanga gumalidwawo okuva ku kamwa kamwe. Kubanga egwanga etabade ensi yange, 6
eryamanyi eritabalika; amanyoge manyo ga mpologoma, era alina amasongezo agempologoma enkulu. Azisiza omuzabibu gwange, era asa- 7
sambude omutini gwange: agusasambulide dala, era agusude wala; amatabi gagwo gafuse meru.

8 Kungubaga ngomuwala eyesibye ebibukutu bwa-
9 kungubagira bawe owomubuwalabwe. Ekiwe-
bwayo ekyobuta nekiwebwayo ekyokunywa bima-
lidwawo okuva mu nyumba ya Mukama ; baka-
10 bona, abawereza ba Mukama, bawubala. Enimiro
ezise, ensi ewubala ; kubanga engano ezise,
omwenge omusu gukaze, amafuta gagwerera.
11 Mukwatibwe ensonyi, mwe abalimi, muwowo-
gane, mwe abawawagula emizabibu, olwengano
ne sairi ; kubanga ebikungulwa ebyomunimiro
12 bifude. Omuzabibu guwotose, nomutini guyo-
ngobera ; omukomamawanga nolukindu nomu-
kyungwa, emiti gyona egyomunimiro, giwotose :
kubanga esanyu liwotose okuva ku bana ba-
13 bantu. Mwesibe (ebibukutu) mukungubage, mwe
babakona ; muwowogane, mwe abawereza abe-
kyoto ; muje mugalamire nga mwambade ebibu-
kutu nemukesa obude, mwe abawereza ba Ka-
tonda wange : kubanga ekiwebwayo ekyobuta
nekiwebwayo ekyokunywa baguguba nabyo eri
14 enyumba ya Katonda wamwe. Mutukuze oku-
siba, muite okukungana okutukuvu, mukunga-
nyize abakade ne bona abali munsi eri enyumba
ya Mukama Katonda wamwe, mumukabire Mu-
15 kama. Zitusanze olwolunaku ! kubanga olunaku
lwa Mukama lunatera okutuka, era lulija ngoku-
zikiriza okuva eri Omuinza webintu byona.
16 Emere temalidwawo fe nga tulaba, (wewawo,)
esanyu nokujaguza okuva mu nyumba ya Ka-
17 tonda wafe ? Ensigo zivunda wansi wamafunfugu
gazo ; amawanika galekedwawo, amaterekero
18 gasulidwa ; kubanga engano ewotose. Ensolo
nga zisinda ! amagana gente gabulidwa amagezi,
kubanga tezirina mudo ; wewawo, ebisibo bye-
19 ndiga birekedwawo. Ai Mukama, gwe nkabira :
kubanga omuliro gwokeza amalundiro agomulu-
kola, nenimi zagwo zokeza emiti gyona egyomu-

nimiro. Wewawo, ensolo ezomunsiko zikuwanki- 20
rawankira : kubanga emiga egyama'zi gikalide,
nomuliro gwokeza amalundiro agomulukola.

2

Mufuire ekondere mu Sayuni, era mulaize 1
ku lusozi lwange olutukuvu ; bona abali munsi
bakankane : kubanga olunaku lwa Mukama
luja, kubanga luli kumpi ; olunaku olweki- 2
zikiza nekikome, olunaku olwebire nekizi-
kiza ekikute, ngemambya bwesalira ku nsozi ;
egwanga edene era eryamanyi, tewabangawo eri-
benkana, so tewalibawo nate oluvanyuma lwa-
bwe, okutusa ku myaka egyemirembe emingi.
Omuliro gwokya mu maso gabwe ; era enyuma 3
wabwe enimi zomuliro zaka : ensi eri ngolusuku
lwa Adeni mu mberi yabwe, nenyuma yabwe
lukola olwazika ; so naye tewali eyali abawonye.
Enfanana yabwe eri ngenfanana yembalasi ; era 4
ngabebagade embalasi bwebadukana bwebatyo
mbiro. Babuka (nga bawuma) ngamagali bwe- 5
gawumira ku ntiko zensozi, ngomuliro bwegu-
wuma ogwokya ensambu, ngegwanga eryamanyi
erisimbye enyiriri olwolutalo. Olwokuja kwa- 6
bwe abantu babalagalwa, amaso gona gafuse ebala.
Baduka mbiro ngaba-aja abamanyi ; balinya 7
bugwe ngabasaja abaiwanyi ; era basimba buli
muntu mu kubolye, so tebasobya nyiriri. So 8
tewali eyesiga mune ; basimba buli muntu mu
mpitiroye : era bawagulira awali ebyokulwanyisa,
so tebakoma (mu lugendo lwabwe). Babuka 9
bagwa ku kibuga ; bafubutukira ku bugwe ; ba-
walampa nebatuka mu nyumba ; baingirira mu
bituli ngomu'bi. Etaka likankana mu maso 10
gabwe ; egulu lijugumira : enjuba nomwezi bi-
bako ekizikiza, nemunyenye zirekayo okwaka
kwazo : era Mukama aleta edobozirye mu maso 11

gegyerye ; kubanga olusisiralwe lunene nyo ; kubanga oyo atukiriza ekigambokye wa manyi : kubanga olunaku lwa Mukama lukulu, lwa ntisa
12 nyo nyini ; era ani ainza okulusobola ? Era naye ne kakano munkyukire nomutima gwamwe gwona, nokusiba nokukaba amaziga nokuwubala :
13 era muyuze omutima gwamwe so si byambalo byamwe, mukyukire Mukama Katonda wamwe : kubanga wa kisa, era ajude okusasira, alwawo okusunguwala, era akwatirwa nyo ekisa, era
14 yejusa obutaleta bubi. Ani amanyi obanga takyuke neyejusa naleka omukisa enyumawe, kye kiwebwayo ekyobuta nekiwebwayo ekyokunywa eri Mukama Katonda wamwe ?
15 Mufuire ekondere mu Sayuni, mutukuze oku-
16 siba, muite okukungana okutukuvu : mukunganye abantu, mutukuze ekibina, mukunganye abakade, mulete abana abato nabo abayonka amabere : awasa omugole ave mu kisengekye, nomu-
17 gole mu njuye. Bakabona, abawereza ba Mukama, bakabire amaziga wakati wekisasi nekyoto, era bogere nti Sasira abantubo, ai Mukama, so towayo busikabwo okuvumibwa, amawanga okubafuga : kiki ekinaba kibogeza mu mawanga nti Katonda wabwe alirudawa ?
18 Awo Mukama nakwatirwa obugya ensiye, na-
19 sasira abantube. Awo Mukama nadamu nagamba abantube nti Laba, ndibawereza engano nomwenge namafuta, era biriba'kusa : so siribafula
20 nate ekivume mu mawanga : naye ndibagyako (egye) eryobukika obwa kono nenditwala wala, nembagobera munsi, enkalu eyalekebwawo, abakulembezebe mu nyanja eyebuvanjuba, nabasembibe mu nyanja eyebugwanjuba ; nekivundukye kiririnya, nokuwunyakwe kulirinya, kuba-
21 nga akoze ebikulu. Totya, gwe ensi, sanyuka
22 ojaguze ; kubanga Mukama akoze ebikulu. Te-

mutya, mwe ensolo ezomunsiko; kubanga amalundiro agomulukola galoka, kubanga omuti gubala ebibala byagwo, omutini nomuzeituni gireta amanyi gagyo. Kale musanyuke, mwe 23
abana ba Sayuni, era mujagulize Mukama Katonda wamwe: kubanga abawa enkuba eya togo mu kigero kyayo ekisana, era abatonyeseza enkuba, enkuba eya togo nenkuba eya dumbi, mu (mwezi) ogwoluberyeberye. Namawuliro gali- 24
jula engano, namasogolero galiyika omwenge namafuta. Era ndibadiza emyaka enzige gyeya- 25
lya, kalusejera nakacaka nakawuka, egye lyange edene lyenagaba okubatabala. Awo munalyanga 26
bingi nyo. nemukuta, nemutendereza erinya lya Mukama Katonda wamwe eyabakola ebyekitalo: nabantu bange tebalikwatibwa nsonyi enaku zona. Era mulimanya nga ndi wakati mu Isiraeri, era 27
nga ndi Mukama Katonda wamwe, so tewali mulala: nabantu bange tebalikwatibwa nsonyi.

Awo olulituka oluvanyuma ndifuka omwoyo 28
gwange ku bona abalina omubiri; awo batabani bamwe ne bawala bamwe baliragula, abakade bamwe balirota ebiroto, abalenzi bamwe baliraba okwolesebwa: era ne ku badu ne ku bazana mu 29
naku ezo kwendifuka omwoyo gwange. Era 30
ndyolesa ebyekitalo mu gulu ne munsi, omusai nomuliro nempagi ezomuka. Enjuba erifuka 31
kizikiza, nomwezi okuba omusai, olunaku lwa Mukama olukulu era olwentisa nga terunaba kuja. Awo olulituka buli alisaba erinya lya 32
Mukama alirokoka: kubanga ku lusozi Sayuni ne mu Yerusalemi walibawo abo abaliwona, nga Mukama bweyayogera, ne mu kitundu ekirifikawo (mulibamu) abo Mukama baliita. Kubanga, 3
laba, mu naku ezo ne mu biro ebyo, bwendikomyawo obusibe bwa Yuda ne Yerusalemi, ndikunganya amawanga gona nembaserengesa mu 2

kiwonvu kya Yekosafati; awo ndiwolereza
abantu bange nobusika bwange Isiraeri bebasa-
sanyiza mu mawanga nebagabana ensi yange nga
3 nyima eyo nga mpoza nabo. Era bakubide
abantu bange obululu: era bawadeyo omulenzi
olwomukazi omwenzi, nebatunda omuwala olwo-
4 wenge, balyoke banywe. Wewawo, namwe nfa-
yo ki eri mwe, mwe Tulo ne Sidoni nenjuwi zona
Ezobufirisiti? Mulinsasula? nokusasula bwemu-
liba nga munsasude, ndyanguya mangu ndisa-
mbyako oku'za okusasula kwamwe ku mutwe
5 gwamwe mwe. Kubanga mutute efeza yange
ne zabu yange, nemutwala mu bigwa byamwe
6 ebintu byange ebirungi ebisanyusa; era abana
ba Yuda nabana ba Yerusalemi mwababaguza
abana Babayonani, mubajulule wala nensalo
7 yabwe: laba, ndibagolokosa mu kifo gyemwa-
batunda, era ndiza okusasula kwamwe ku mutwe
8 gwamwe mwe; era nditunda batabani bamwe
ne bawala bamwe mu mukono gwabana ba Yuda,
nabo balibaguza abasaja Abeseba, egwanga eriri
ewala: kubanga Mukama yakyogede.
9 Mulangire kino mu mawanga; mutegeke obu-
lwa: mugolokose abasaja abamanyi: abasaja
10 bona abalwanyi basembere, bambuke. Muwese
enkumbi zamwe okuba ebitala, nebiwabyo bya-
mwe okuba amafumu: omunafu ayogere nti Ndi
11 wa manyi. Mwanguwe muje, mwe mwena
amawanga agetolode mukungane: serengesa
12 eyo ababo abamanyi, ai Mukama. Amawanga
gaimuke gambuke mu kiwonvu kya Yekosafati:
kubanga eyo gyenditula okusala omusango gwa-
13 mawanga gona agetolode. Mutekewo ekiwabyo,
kubanga ebikungulwa byengede: muje musa-
mbe; kubanga esogolero lijude, amabanvu
14 gayika; kubanga obubi bwabwe bungi. Olugube,
olugube (lwabantu) bali mu kiwonvu ekyoku-

malirririramu ! kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi mu kiwonvu ekyokumalirririramu. Enjuba nomwezi biriko ekizikiza, nemunyenye 15
zirekayo okwaka kwazo. Awo Mukama aliwu- 16
luguma ngaima Esayuni, alireta edobozirye ngaima Eyerusalemi ; negulu nensi birikankana : naye Mukama aliba budukiro eri abantube era ekigo eri abana ba Isiraeri. Bwemutyo muli- 17
manya nga nze ndi Mukama Katonda wamwe, abera ku Sayuni olusozi lwange olutukuvu : awo Yerusalemi kiriba kitukuvu, so tewaliba banagwanga abalikiitamu nate. Awo olulituka ku 18
lunaku luli ensozi ziritonya omwenge omuwomerevu, nobusozi bulikulukuta amata, nobuga bwona obwa Yuda bulikulukuta ama'zi ; era oluzi luliva mu nyumba ya Mukama, lulifukirira ekiwonvu Sitimu. Misiri eriba matongo, ne Edomu 19
eriba lukola olwalekebwawo, olwekyejo ekyagirirwa abana ba Yuda, kubanga bayiye omusai ogutaliko musango munsi yabwe. Naye Yuda 20
aliberera enaku zona, ne Yerusalemi okuva ku mirembe okutuka ku mirembe gyona. Era ndi- 21
rongosa omusai gwabwe gwesalongosa : kubanga Mukama abera ku Sayuni.

AMOSI.

1

Ebigambo bya Amosi eyali owokubasumba ba 1
Tekoa, byeyalaba ebya Isiraeri mu mirembe gya Uziya kabaka wa Yuda ne mu mirembe gya Yero-

boamu mutabani wa Yoasi kabaka wa Isiraeri, ngekyasigadeyo emyaka ebiri okutuka ku kikankano kyensi.

2 Nayogera nti Mukama aliwuluguma ngaima Esayuni, era alireta edobozirye ngaima Eyerusalemi ; awo amalundiro agabasumba galiwubala, nentiko ya Kalameri eriwotoka.

3 Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono bisatu ebya Damasiko, wewawo, olwebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivako ; kubanga bawude Gireada nebintu ebiwula ebye-
4 byuma : naye ndiwereza omuliro mu nyumba ya Kazaeri, awo gulyokya amayumba ga Benika-
5 dada. Era ndimenya ekisiba kya Damasiko, nemalawo oyo abera mu kiwonvu kya Aveni, noyo akwata omugo ogwobwakabaka (ndimumalawo) okuva ku nyumba ya Edeni : nabantu Abebusuli baligenda mu busibe Ekira, bwayogera Mukama.

6 Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono bya Gaza bisatu, wewawo, olwebina sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivako ; kubanga batwala nga basibe egwanga lyona okubawayo
7 eri Edomu : naye ndiwereza omuliro ku bugwe
8 wa Gaza, era gulyokya amayumba gakyo : era ndimalawo abali mu Asidoda, noyo akwata omugo ogwobwakabaka (ndimumalawo) okuva ku Asikeroni ; era ndikyusa omukono gwange okulwana ne Ekeroni, nekitundu ekifisewo Ekyabafirisiti balizikirira, bwayogera Mukama Katonda.

9 Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono bya Tulo bisatu, wewawo, olwebina, sirikyusa kubonerezebwa kwakyo okukivako ; kubanga bagabula egwanga lyona eri Edomu nebatajukira
10 ndagano eyoluganda : naye ndiwereza omuliro ku bugwe wa Tulo, era gulyokya amayumba gakyo.

Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono 11
bya Edomu bisatu, wewawo, olwebina, sirikyusa
kubonerezebwakwe okumuvako; kubanga yai-
ganya mugandawe nekitala, nasula okusasira
kwona, obusungubwe nebutagulatagula enaku
zona naguguba nekiruwikye emirembe gyona:
naye ndiwereza omuliro ku Temani, era gulyokya 12
amayumba Agebozera.

Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono 13
ebyabana ba Amoni bisatu, wewawo, olwebina,
sirikyusa kubonerezebwa kwabwe okubavako; ku-
banga babaze abakazi abali embuto Abegireada,
balyoke bagaziye ensalo yabwe: naye ndikuma 14
omuliro mu bugwe wa Laba, era gulyokya
amayumba gakyo, nga balekana ku lunaku olwo-
lutalo, kibuyaga ngakunta ku lunaku olwembu-
yaga ezakazimu: era kabaka wabwe aligenda mu 15
busibe, ye nabakungube wamu, bwayogera Mu-
kama.

2

Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono 1
bya Moabu bisatu, wewawo, olwebina, sirikyusa
kubonerezebwa kwakyo; kubanga yayokya ama-
gumba ga kabaka wa Edomu nagafula evu: naye 2
ndiwereza omuliro ku Moabu, era gulyokya
amayumba Agekeriosi; era Moabu alifa, nga
basasamala nga balekana nga bafuwa ekondere:
era ndimalawo omulamuzi okuva wakati mukyo, 3
era nditira abakungu bamu bona wamu naye,
bwayogera Mukama.

Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono 4
bya Yuda bisatu, wewawo, olwebina, sirikyusa
kubonerezebwakwe okumuvako; kubanga bagan-
yi amateka ga Mukama, so tebakute biragirobye,
nebyobulimba byabwe bibawabi'za, bajaja babwe 5
byebagoberera mu kutambula kwabwe: naye

ndiwereza omuliro ku Yuda, era gulyokya amayumba Ageyerusalemi.

Bwati bwayogera Mukama nti Olwebyonono bya Isiraeri bisatu, wewawo, olwebina, sirikyusa kubonerezebwakwe okumuvako; kubanga batunze omutukirivu olwefeza neyetaga olwomugogo
7 gwengato: abawankirawankira enfufu eyokunsi eyokumutwe gwabavu, nebakyamya olugendo olwabawombefu: nomusaja ne kitawe baliingira eri omuwala (omu), okwonona erinya lyange
8 etukuvu: era bagalamira ku bali lya buli kyoto ku ngoye zebasingirwa, ne mu nyumba ya Katonda wabwe mwebanywera omwenge gwabo
9 bebatanze. Era naye nazikiriza Omwamoli mu mberi yabwe, obuwanvubwe bwali ngobuwanvu obwemivule, era yali wa manyi ngemyera; era naye nazikiriza ebibalabye engulu nemizigye
10 wansi. Era nabalinyisa nga mbagya munsi Yemisiri nembalungamiza emyaka amakumi ana
11 mu lukola, okulya ensi Eyomwamoli. Nengolokosa ku batabani bamwe okuba banabi, ne ku balenzi bamwe okuba Abawonge. Si bwekiri bwekityo, ai mwe abana ba Isiraeri? bwayogera
12 Mukama. Naye nemubawa Abawonge omwenge okunywa; nemulagira banabi nga mwogera nti
13 Temulagula. Laba, ndibanyigiriza mu kifo kyamwe, ngegali ejude ebinywa bwenyigiriza.
14 Awo okuduka kulibula owembiro, so nowamanyi
15 talyongera manyige, so nomuzira talyewonya: so noyo taliimirira akwata omutego; nowembiro okuduka talyewonya: so noyo eyebagala embalasi
16 talyewonya: noyo alina obugumu mu bamanyi aliduka ngali bwerere ku lunaku olwo, bwayogera Mukama.

3

1 Muwulire ekigambo kino Mukama kyaboge-

deko, mwe abana ba Isiraeri, ku kika kyona kyenalinyisa nga nkigya munsi Yemisiri, ngayogera nti Mwe mweka benamanya ku bika byona 2
ebyensi zona : kyendiva mbabonereza olwobutali butukirivu bwamwe bwona. Ababiri bainza 3
okutambulira awamu wabula nga batabaganye? Empologoma ewulugumira mu kibira nga terina 4
muigo? empologoma ento eima mu mpuku yayo okulira nga teriko kyekute? Enyonyi einza 5
okugwa mu mutego kunsi nga tebagitegede kakunizo? omutego gumasuka okuva wansi nga teguliko kyegukwasiza?

Bafuira ekondere mu kibuga, abantu nebatatya? 6
obubi bugwa ku kibuga, Mukama nga tabulese?
Mazima Mukama Katonda taliko kyalikola wabu- 7
la ngabikulide abadube banabi ekyamakye.
Empologoma ewulugumye, ani atatye? Mukama 8
Katonda ayogede, ani ainza obutalagula?

Mulangire mu mayumba mu Asidoda ne mu 9
mayumba munsi Yemisiri, mwogere nti Mukunganire ku nsozi Ezesamaliya, mulabe enjogano eziri omwo bwezenkana obunene, nokujoga bwekuli okuli omwo wakati. Kubanga tebamanyi kukola 10
bya nsonga, bwayogera Mukama, abo abatereka ekyejo nobunyazi mu mayumba gabwe. Mukama 11
Katonda kyava ayogera bwati nti (Walibawo) omulabe, okwetolola ensi enjuwi zona : naye alikakanya amanyigo okukuvako, namayumbago galinyagibwa. Bwati bwayogera Mukama nti 12
Ngomusumba bwawonyako mu kamwa kempologoma amagulu abiri oba ekitundu kyokutu ; bwebatyo abana ba Isiraeri bwebaliwonyezebwa, ababatula mu Samaliya mu nsonda yekiriri ne ku bigugu ebya aliri ebyokukitanda. Muwulire mube 13
abajulirwa eri enyumba ya Yakobo, bwayogera Mukama Katonda, Katonda owegye. Kubanga 14
ku lunaku lwendibonereza Isiraeri olwebyonono-

bye, era ndibonereza ebyoto bya Beseri, namaye-
15 mbe gekyoto galisalibwako negagwa wansi. Era ndikuba enyumba eya togo wamu nenyumba eyekyeya ; nenyumba ezamasanga ziribula, namayumba amanene galikoma, bwayogera Mukama.

4

1 Muwulire ekigambo kino, mwe ente Ezebasani, abali ku lusozi lwa Samaliya, abajoga abavu, abakamula abetaga, abagamba bakama babwe nti
2 Mulete tunywe. Mukama Katonda alaide obutukuvubwe nga, laba, enaku ziribatukako lwebalibagyawo namalobo, nekitundu kyamwe ekirifikawo (balibagyawo) namalobo agavuba. Era mulivamu nga muita mu bituli ebiwagudwa, buli emu ngesimbira dala mu maso gayo ; nemwesula mu Kalamoni, bwayogera Mukama.
4 Muje Ebeseri mwonone ; (muje) Egirigali mwongere okwonona (kwamwe) ; era muletenga sadaka zamwe buli nkya nebitundu byamwe ebyeku-
5 mi buli naku esatu ; muweyo sadaka eyokwebaza kwebyo ebizimbulukuswa, mulangire ebiwebwayo kubwamwe mubiralike : kubanga ekyo kyemusima, ai mwe abana ba Isiraeri, bwayogera Muka-
6 ma Katonda. Era nange mbawade obulongofu bwamanyo mu bibuga byamwe nokubulwa emere mu mayumba gamwe gona : era naye temudanga
7 gyendi, bwayogera Mukama. Era nange mbaziiri'za enkuba, ngekyasigadeyo emyezi esatu okutusa amakungula : nentonyesa enkuba ku kibuga ekimu, nenziiza enkuba obutatonya ku kibuga ekirala : ekitundu kimu kyatonyebwako, nekitu-
8 ndu kyetatonyako nekiwotoka. Awo abomubibuga ebibiri oba bisatu nebatambulatambula nebatuka mu kibuga ekimu okunywa ama'zi, so tebakutanga : era naye temudanga gyendi, bwayogera
9 Mukama. Mbakubye nokugengewala nobukuku :

akawuka kalide olufulube lwensuku zamwe nensuku zamwe ezemizabibu nemitini gyamwe nemizeituni gyamwe: era naye temudanga gyendi, bwayogera Mukama. Mpere'za mumwe kawumpuli ngengeri Eyemisiri bweyali: abalenzi bamwe mbase nekitala, nenziyawo embalasi zamwe; neninyisiza ne mu nyindo zamwe okuwunya kwolusisira lwamwe: era naye temudanga gyendi, bwayogera Mukama. Nsude (abamu) kumwe nga Katonda bweyasula Sodoma ne Gomola, namwe nemuba ngomumuli ogusikibwa mu muliro: era naye temudanga gyendi, bwayogera Mukama. Kyendiva nkukola bwenti, ai Isiraeri: era kubanga ndikukola kino, weteketeke okusisinkana ne Katondawo, ai Isiraeri. Kubanga, laba, oyo abumba ensozi, era atonda embuyaga, era abulira omuntu byalowoza, afula enkya okuba ekizikiza, era alinya ku bifo ebigulumivu ebyensi; Mukama Katonda owegye lye linyalye.

5

Muwulire ekigambo kino kyenkwata okubakungubagira, ai enyumba ya Isiraeri. Omuwala wa Isiraeri agude; takyaimuka nate: asulidwa wansi kunsiye; tewali wa kumuimusa. Kubanga bwati bwayogera Mukama Katonda nti Ekibuga ekyavangamu olukumi kirisigazawo kikumi, nekyo ekyavangamu ekikumi kirisigazawo kumi, eri enyumba ya Isiraeri. Kubanga bwati Mukama bwagamba enyumba ya Isiraeri nti Mu'nonye, awo muliba balamu: naye temunonyanga Beseri, so temuingiranga mu Girigali, so temuitanga okugenda Ebeeriseba: kubanga Girigali tekirirema kugenda mu busibe, ne Beseri kirigwawo. Munonye Mukama, awo muliba balamu; aleme okububuka ngomuliro mu nyumba ya Yusufu, ne-

gwokya songa tewali wa kuguzikiza mu Beseri:
7 mwe abafula omusango okuba abusinso, nemusula
8 wansi obutukirivu; (mumunonye) oyo akola kakaga nentungalugoye, era afula ekisikirize ekyokufa okuba enkya, era asikiriza omusana nekiro; aita amazi agomunyanja nagafuka ku maso golu-
9 kalu; Mukama lye linyalye; aleta okuzikirira ku wamanyi nga tamanyiride, okuzikirira neku-
10 tuka ku kigo. Bakyawa oyo anenya mu muzigo,
11 era batamwa oyo ayogera ebigolokofu. Kale kubanga mulinyirira omwavu, nemumukamula engano: mwazimba enyumba ezamainja amateme, naye temulizitulamu; mwasimba ensuku zemizabibu ezisanyusa, naye temulinywa mwenge
12 gwamu. Kubanga manyi ebyonono byamwe bwebyenkana obungi nebibi byamwe bwebyenkana amanyi; mwe ababonyabonya omutukirivu, abalya enguzi, era abagobera abo abetaga mu mu-
13 zigo. Omukabakaba kyaliva asirika mu biro ebi-
14 fanana bwebityo; kubanga bye biro ebibi. Munonye obulungi so si bubi, mulyoke mubere abalamu: awo Mukama Katonda owegye aliba namwe
15 nga bwemwogera. Mukyawe obubi, mwagale obulungi, munyuweze ebyensonga mu muzigo: mpozi Mukama Katonda owegye alikwatirwa eki-
16 sa ekitundu kya Yusufu ekifisewo. Mukama Katonda owegye, Mukama, kyava ayogera bwati nti Ebiwobe biriba mu ngudo zona engazi; era balyogerera mu makubo gona nti Wowe, wowe! awo baliita omulimi okukuba ebiwobe, nabo abalina amagezi okukungubaga okukuba ebiwobe.
17 Awo mu nsuku zona ezemizabibu mulibamu ebiwobe: kubanga ndiita mugwe wakati, bwayogera
18 Mukama. Zibasanze mwe abegomba olunaku lwa Mukama! mwagalira ki olunaku lwa Mukama?
19 ki-zikiza so si musana. Kwenkana omusaja ngaduka empologoma, edubu nesisinkana naye; oba

ngaingira mu nyumba neyekwata omukonogwe ku
kisenge, omusota negumuluma. Olunaku lwa Mu- 20
kama teruliba kizikiza so si musana? ekizikiza zi-
gizigi songa temuli kutangala? Nkyawa, nyoma 21
embaga zamwe, so sirisanyukira kukungana kwa-
mwe okutukuvu. Wewawo, newakubade nga 22
muwayo gyendi ebiwebwayo byamwe ebyokebwa
nebiwebwayo byamwe ebyobuta, siribikiriza: so
sirisayo mwoyo eri ebiwebwayo olwemirembe
ebyensolo zamwe eza sava. Nziyako oluyogano 23
olwenyimbazo; kubanga siwulire nangazo bwezi-
kubibwa obulungi. Naye omusango gukulukute 24
ngama'zi, nobutukirivu ngomuga ogwamanyi.
Mwandetereranga emyaka amakumi ana sadaka 25
nebiwebwayo mu lukola, ai enyumba ya Isiraeri?
Wewawo, mwasitulanga Sikusi kabaka wamwe 26
ne Kiyuni, ebifananyi byamwe, emunyenye ya
katonda wamwe, byemwekolera. Kyendiva 27
mbatwaza mu busibe okuita Edamasiko, bwayo-
gera Mukama, erinyalye Katonda owegye.

6

Zibasanze abo abegolode mu Sayuni nabo 1
abataliko kyebatya ku lusozi lwa Samaliya,
abasaja abamanyi abomugwanga erisinga ama-
wanga obukulu, abajirwa enyumba ya Isiraeri!
Muite mugende Ekaline mulabe; muveyo mu- 2
gende Ekamasi ekikulu: mulyoke muserengete
Egasi Ekyabafirisiti: bisinga obwakabaka buno
(bwombi) obulungi? oba ensalo yabwe ekira
ensalo yamwe obugazi? Mwe abateka ewala 3
olunaku olubi nemusembeza kumpi entebe eye-
kyejo; abagalamira ku bitanda ebyamasanga 4
nebegolola ku biriri byabwe, nebalya abana
bendiga abomukisibo, nenyana nga bazigya mu
kisibo; abaimbira enyimba ezitalimu ku dobozi 5
eryenanga; abegunjira ebintu ebivuga nga Daudi;

6 abanywera omwenge mu bibya, nebasaba amafuta agasinga obulungi; naye tebanakuwalide kubonya-
7 bonyezebwa kwa Yusufu. Kale kyebaliva bagenda mu busibe wamu nabo abasoka okugenda mu busibe, nebinyumu byabo abegolola birivawo.
8 Mukama Katonda yeraide yeka, bwayogera Mukama Katonda owegye, nti Nkyawa obulungi bwa Yakobo, nentamwa amayumbage: kyendiva
9 mpayo ekibuga ne byona ebikirimu. Awo olulituka abantu kumi bwebalisigala mu nyumba
10 emu balifa. Era omuntu bwanasitulibwa kojawe, oyo amwokya, okugya amagumba mu nyumba, nagamba oyo ali mu njuwi ezenyumba ezomunda nti Wakyaliwo ali nawe? naye nadamu nti Neda; awo nalyoka ayogera nti Sirika; kubanga
11 tetuinza kwatula linya lya Mukama. Kubanga, laba, Mukama alagide, nenyumba enene eriwagulwamu ebituli nenyumba entono (eribamu)
12 enjatika. Embalasi ziridukira mbiro ku lwazi? omuntu alirimira (okwo) nente? mwe okufula nemufula omusango okuba akalulwe nebibala
13 ebyobutukirivu okuba abusinso: mwe abasanyukira ekintu ekitaliko kyekigasa, abogera nti
14 Tetwefunide mayembe olwamanyi gafe fe? Kubanga, laba, ndibaimusizako egwanga, ai enyumba ya Isiraeri, bwayogera Mukama Katonda owegye; era balibabonyabonya okuva awaingirirwa Ekamasi okutuka ku kaga aka Alaba.

7

1 Bwatyo Mukama Katonda bweyandaga: era, laba, yabumba enzige ebimerererezi nga bitanude okumera; era, laba, byali bimererezi okukungula
2 kwa kabaka nga kuwede. Awo olwatuka bwezamala okulya omudo ogwomunsi nendyoka njogera nti Ai Mukama Katonda, sonyiwa, nkwegairide: Yakobo anaimirira atya? kubanga

mutono. Mukama neyejusa olwekyo: Tekiri- 3
bawo, bwayogera Mukama.
Bwatyo Mukama Katonda bweyandaga: awo, 4
laba, Mukama Katonda naita (abantu) okuwakana
nomuliro; negwokya obuziba obunene, era
gwandimazewo nolukalu. Awo nendyoka njo- 5
gera nti Ai Mukama Katonda, lekayo, nkwe-
gairide: Yakobo anainza atya okuimirira? ku-
banga mutono. Awo Mukama neyejusa ekyo: 6
Era nekyo tekiribawo, bwayogera Mukama
Katonda.
Bwatyo bweyandaga: awo, laba, Mukama 7
naimirira ku bali ,lyekisenge ekyazimbibwa
nomugwa ogugera, era ngakute omugwa ogugera
mu mukonogwe. Awo Mukama nangamba nti 8
Amosi, olaba ki? Nengamba nti Omugwa ogu-
gera. Awo Mukama nayogera nti Laba, nditeka
omugwa ogugera wakati wabantu bange Isiraeri;
siribaitako nate lwa kubiri: nebifo ebigulumivu 9
ebya Isaka birirekebwawo, nebifo ebitukuvu ebya
Isiraeri birizisibwa; era ndibagolokokerako
enyumba ya Yeroboamu nekitala.
Awo Amaziya kabona Owebeseri natumira 10
Yeroboamu kabaka wa Isiraeri ngayogeranti Amosi
akwekobye wakati mu nyumba ya Isiraeri: ensi
teinza kugumikiriza bigambobye byona. Ku- 11
banga Amosi bwayogera bwati nti Yeroboamu
alifa nekitala, era Isiraeri talirema kutwalibwa
nga musibe okuva munsiye. Era Amaziya 12
nagamba Amosi nti Gwe omulabi, genda wedukire
muusi ya Yuda, olire eyo emere, olagulire eyo:
naye tolagulanga nate lwa kubiri Ebeseri: 13
kubanga kye kifo ekitukuvu ekya kabaka, era
ye nyumba ya kabaka. Awo Amosi nalyoka 14
adamu nagamba Amaziya nti Nali siri nabi, so
sali mwana wa nabi; naye nali musumba era
muwawaguzi wemisukomoli: Mukama nanziya 15

ku (mulimu) ogwokugoberera ekisibo, Mukama nangamba nti Genda obalagule abantu bange
16 Isiraeri. Kale no wulira ekigambo kya Mukama: Oyogera nti Tolagulanga ku Isiraeri, so toto-
17 nyesanga ku nyumba ya Isaka; Mukama kyava ayogera bwati nti Mukaziwo aliba mwenzi mu kibuga, ne batabanibo ne bawalabo baligwa nekitala, nensiyo erigabibwa nomugwa; nawe we nyini olifira munsi eteri nongofu, era Isiraeri talirema kutwalibwa nga musibe okuva munsiye.

8

1 Bwatyo Mukama Katonda bweyandaga: era,
2 laba, ekibo ekyebibala ebyomukyeya. Nayogera nti Amosi, olaba ki? Nenjogera nti Ndaba ekibo ekyebibala ebyomukyeya. Awo Mukama nalyoka angamba nti Enkomerero etuse ku bantu
3 bange Isiraeri; siribaitako nate lwa kubiri. Awo enyimba ezomuyekalu ziriba kuwowogana ku lunaku olwo, bwayogera Mukama Katonda: emirambo giriba mingi; baligisula mu buli kifo
4 nga basirise. Muwulire kino, ai mwe abagala okulira dala eyetaga nokumalawo abavu abo-
5 munsi, nga mwogera nti Omwezi ogwakaboneka guligwako di, tulyoke tutunde engano? ne sabiti, tusumulule engano? nga mutonowaza efa, era nga munenewaza sekeri, era nga mulyazamanya ne-
6 minzani ezobulimba; tugule abavu nefeza, nabetaga nomugogo gwengato, era tutunde ebisasiro
7 byengano. Mukama alaide obulungi bwa Yakobo nti Mazima siryerabira bikolwa byabwe na kimu
8 enaku zona. Ensi terikankanira ekyo, buli muntu nawubala abera omwo? wewawo, eritumbirira dala wamu nga Omuga; era erita-
9 banguka neka nate nga Omuga Ogwemisiri. Awo olulituka ku lunaku olwo, bwayogera Mukama Katonda, ndigwisa enjuba mu tuntu, era ndireta

ekizikiza kunsi obude nga butangala. Era ndifula 10
embaga zamwe okuba okuwubala, nenyimba
zamwe zona okuba okukungubaga ; era ndireta
ebibukutu ku biwato byona, nebiwalata ku buli
mutwe ; era ndirufula ngokukungubagira omwa-
na eyazalibwa omu, nenkomerero yalwo ngo-
lunaku olubalagala. Laba, enaku zija, bwayo- 11
gera Mukama Katonda, lwendiwereza enjala
munsi, eteri njala ya mere newakubade enyonta
eyamazi, naye (enjala) eyokuwulira ebigambo
bya Mukama. Awo balibulubuta okuva ku 12
nyanja okutuka ku nyanja (endala), nokuva
ebukika obwa kono okutuka nebuvanjuba ; bali-
dukana mbiro eruwi neruwi okunonya ekigambo
kya Mukama, so tebalikiraba. Ku lunaku olwo 13
abawala abalungi nabalenzi balizirika olwenyonta.
Abalaira ekibi kya Samaliya nebogera nti Nga 14
Katondawo, ai Dani, bwali omulamu ; era nti
Ngekubo lya Beeriseba bweriri edamu ; abo
baligwa so tebaliimuka nate.

9

Nalaba Mukama ngaimiride ku bali lyekyoto : 1
nayogera nti Kuba emitwe, emiryango gikankane :
era bamenyemenye ku mitwe gyabo bona ; era
ndita nekitala owenkomerero kubo : tewaliba
kubo aliduka, so tewaliba kubo aliwona nomu.
Newakubade nga basima okutuka mu magombe, 2
omukono gwange gulibagyayo ; era newakubade
nga balinya okutuka mu gulu, ndibasa okuba-
gyayo. Era newakubade nga bekwekera ku ntiko 3
ya Kalameri, ndikenenya nembagyayo ; era newa-
kubade nga bakwekedwa amaso gange mu buziba
bwenyanja wansi, ndiragirira eyo omusota negu-
baluma. Era newakubade nga bagenda mu busibe 4
mu maso gabalabe babwe, ndiragirira eyo ekitala

nekibata: era nditeka amaso gange kubo olwo-
5 kuleta obubi so si bulungi. Kubanga Mukama,
Katonda owegye, ye wuyo akoma kunsi nesanuka,
na bona abagiberamu baliwubala; era eritumbi-
rira dala wamu nga Omuga; era erika nate nga
6 Omuga Ogwemisiri; ye wuyo azimba amayuge mu
gulu, era eyatekawo ebangalye ku taka; aita
ama'zi agomunyanja nagafuka ku maso golukalu;
7 Mukama lye linyalye. Mwe temuli ngabana
Babesiyopya gyendi, ai abana ba Isiraeri? bwayo-
gera Mukama. Sagya Isiraeri munsi Yemisiri
nembalinyisa, nenziya Abafirisiti Ekafutola, Na-
8 basuli Ekira? Laba, amaso ga Mukama Katonda
gali ku bwakabaka obulina ebibi, era ndibuziki-
riza okuva ku maso getaka; kyoka sirizikiririza
dala nyumba ya Yakobo, bwayogera Mukama.
9 Kubanga, laba, ndiragira era ndiwewera enyumba
ya Isiraeri mu mawanga gona, (ngengano) bwewe-
werwa mu lugali, naye tewaliba na kaweke na
10 kamu akaligwa ku taka. Abalina ebibi bona
abomubantu bange balifa nekitala abogera nti
Obubi tebulitutukako so tebulitukulembera.
11 Ku lunaku olwo ndisimba ewema ya Daudi
eyagwa, nenziba ebituli byayo; era ndisimba
ebibye ebyagwa, era ndigizimba nga mu naku
12 ezeda; balyoke balye ekitundu kya Edomu
ekifisewo, namawanga gona agatumibwa erinya
13 lyange, bwayogera Mukama akola kino. Laba,
enaku zija, bwayogera Mukama, akabala lwali-
tuka kwoyo akungula, noyo asamba ezabibu
(lwalituka) kwoyo asiga ensigo; nensozi ziritonya
omwenge omuwomerevu, nobusozi bwona buli-
14 sanuka. Era ndikomyawo obusibe bwabantu
bange Isiraeri, awo balizimba ebibuga ebyalekebwawo, nebabitulamu; era balisimba ensuku ezemizabibu, nebanywa omwenge gwamu; era
15 balirima enimiro, nebalya ebibala byamu. Era

ndibasimba kunsi yabwe, so tebalisimbulwa nate munsi gyembawade, bwayogera Mukama Katondawo.

OBADIYA.

Okwolesebwa kwa Obadiya. 1

Bwati bwayogera Mukama Katonda ku Edomu; nti Tuwulide ebigambo ebiva eri Mukama nomubaka atumidwa eri amawanga nti Muimuke, tuimuke ku (nsi)ye tulwane naye. Laba, nkufude omuto mu mawanga; onyomebwa nyo gwe. 2
Amalala agomumutimagwo gakukyamiza, gwe azimba mu biwuku ebyomulwazi, gwe atula wagulu; ayogera mu mutimagwe nti Ani alinzi'sa wansi? 3
Newakubade ngolinya mu gulu ngempungu era ekisukyo nga kitekebwa wakati mu munyenye, ndiku'sa (wansi) ove eyo; bwayogera Mukama. 4
Oba aba'bi baja gyoli, oba abanyazi ekiro, [songa ozikirira!] teba ndibye bya kubamala? oba abanozi bezabibu baja gyoli, tebandirese zabibu ezerebwawo? 5
(Ebya) Esau nga binonyezebwa, ebikwekebwa ye nga bivumbuka! 6
Abantu bona abalagana gyoli bakuwerekede okutuka ku nsalo; abantu abali balina emirembe nawe bakukyamiza era bakulemye; (abalya) emereyo batega omutego wansiwo; so temuli kutegera muye. 7
Ku lunaku luli sigenda kuzikiriza abagezigezi (bave) mu Edomu nokutegera (kuve) mu lusozi lwa Esau? bwayogera Mukama. 8
Era abazirabo, gwe Temani, balyekanga buli muntu alyoke agyibwe mu lusozi lwa Esau 9

10 era a'tibwe. Kubanga wamugirira amanyi mu-
gandawo Yakobo, ensonyi zirikukwata era oligyi-
11 bwawo emirembe gyona. Ku lunaku lwewaimi-
rira ku bali, ku lunaku abaise lwebanyaga
ebintubye nabagenyi lwebaingira mu nzigize eza
wankaki nebakuba akalulu ku Yerusalemi, nawe
12 nofanana ngomu kwabo. Naye totunulira lunaku
lwa mugandawo ku lunaku olwokugwirwako
akabi so tosanyuka olwabana ba Yuda ku lunaku
olwokuzikirira kwabwe; so tewekuza nakamwako
13 ku lunaku olwakabi. Toingiranga mu lugi olwa
wankaki olwabantu bange ku lunaku mweba-
lirabira enaku; so nawe totunuliranga kabi
kabwe ku lunaku mwebalirabira enaku so temu-
komanga ku bintu byabwe ku lunaku mweba-
14 lirabira enaku. So toimiriranga mu masang'a-
nzira okuzikiriza abantube abawona; so towa-
ngayo bantube abasigalawo ku lunaku olwakabi.
15 Kubanga olunaku lwa Mukama lusemberede
amawanga gona; nga bwewakola bwekityo
bwekirikukolebwa gwe; byokola biri'da ku
16 mutwegwo. Kubanga bwemwanyweranga ku
lusozi lwange olutukuvu, bwekityo amawanga
gona bwegananywanga enaku zona; wewawo,
gananywanga ganamiranga galiba ngagataba-
17 ngawo. Naye ku lusozi Sayuni kulibako
abawona, era luliba lutukuvu; nenyumba ya
18 Yakobo eriba nebintu byabwe. Era enyumba
ya Yakobo eriba muliro nenyumba ya Yusufu
(eriba) lulimi olwomuliro nenyumba ya Esau
nsambu, nabo balyaka gyebali, balibazikiriza; so
tewaliba muntu wa mu nyumba ya Esau alisiga-
19 lawo; kubanga Mukama yakyogede. Nolusozi
lwa Esau lulifuka lwabo abebukika obwadyo;
(ensi) Yabafirisiti (eriba) yabo abensenyi; era bo
balirya enimiro ya Eferaimu, nenimiro Eyesama-
20 liya: era Gireada (eriba ya) Benyamini. Nabo

abegye lino eryabana ba Isiraeri abafugibwa obudu abali mu Bakanani, (baliba nensi) okutuka ku Zalefasi; nabo abomu Yerusalemi abafugibwa obudu abali mu Sefalada baliba nebibuga ebyebukika obwadyo. Era abalokozi balirinya 21 ku lusozi Sayuni basalire olusozi lwa Esau omusango; nobwakabaka buliba bwa Mukama.

YONA.

1

Awo ekigambo kya Mukama kyaja eri Yona, 1
omwana wa Amitai, nga kyogera nti Golokoka, 2
ogende Enineve ekibuga ekyo ekinene okirangirire; kubanga obubi bwabwe bulinye (butuse) mu maso gange. Naye Yona nagolokoka okudukira Etalasisi okuva mu maso ga Mukama; na'ka 3
Eyopa nalaba malikebu ngegenda Etalasisi; awo nabawa empoza yayo nasabala omwo agende nabo Etalasisi ave mu maso ga Mukama. Naye Mukama 4
nasindika empewo enyingi ku nyanja, omuyaga omungi neguba ku nyanja malikebu neyagala okumenyeka. Nabo abavuga nebatya nebakabirira 5
buli muntu katondawe; nebasula mu nyanja ebintu ebyali mu malikebu bagiwewule. Naye Yona yali nga'se mu kisenge ekyomumalikebu, agalamide, yebase otulo. Awo omugoba wa malikebu 6
naja gyali namugamba nti Obade otya, gwe omwebasi? golokoka, omusabe Katondawo, era mpozi Katonda anatujukira tuleme okuzikirira. Nebo- 7
gera buli muntu ne mugandawe nti Jangu tukube

akalulu tulyoke tutegere gwetulangibwa akabi kano okutubako. Awo nebakuba akalulu, aka-
8 lulu nekamugwako Yona. Awo nebamugamba nti Kale tubulire gwetulangibwa akabi kano okutubako ; omulimugwo (mulimu) ki ? ova wa ? ensi
9 yamwe nsi ki ? ekika kyamwe (kika) ki ? nabagamba nti Ndi Mweberaniya ; mutya Mukama, Katonda owomugulu eyakola enyanja nolukalu.
10 Awo abantu nebatya nyo nebamugamba nti Kino kiki kyokoze gwe ? Kubanga abantu bamanya nti aduse mu maso ga Mukama, kubanga yali ngaba-
11 bulide. Awo nebamugamba nti Tunakukola tutya enyanja etutekere ? kubanga enyanja yali nge-
12 genda yeyongera okufukuka enyo. Nabagamba nti Munsitule munsule mu nyanja ; awo enyanja enebatekera ; kubanga manyi nti omuyaga guno
13 omungi gubakute okubalanga nze. Naye abantu nebavuga nyo okudayo okugoba etale ; naye nebatainza ; kubanga enyanja negenda yeyongera
14 okufukuka okubaziiza. Kyebava bamukabirira Mukama nebogera nti Tukwegairide, ai Mukama, tukwegairide tuleme okuzikirira kulwobulamu obwomuntu ono ; so totusako musai ogutaliko musango ; kubanga gwe, ai Mukama, gwe okoze
15 kyoyagala. Awo nebasitula Yona nebamusula mu nyanja ; awo omuyaga ogwali ku nyanja
16 negufa. Awo abantu nebatya nyo Mukama ; nebawayo esadaka eri Mukama nebeyama obwe-
17 yamo. Mukama natekateka ekyenyanja ekinene kimire Yona ; Yona namala mu lubuto olwekyenyanja enaku esatu emisana nekiro.

2

1 Awo Yona namusaba Mukama Katondawe mu
2 lubuto olwekyenyanja. Nayogera nti
Nakabirira Mukama kubanga nalaba enaku,
Nanziramu ;

Mu lubuto olwamagombe nakowola ;
Nowulira edobozi lyange.
Kubanga wansula mu buziba, mu mutima 3
ogwenyanja,
Amataba neganetolola ;
Amayengogo gona namasingisirago gaita
wagulu kunze.
Nenjogera nti Ngobedwa mu masogo ; 4
Naye nagitunulira nate yekaluyo entukuvu.
Ama'zi gansanikira, ere okutuka ku bulamu ; 5
Obuziba bwanetolola ;
Endago zambika ku mutwe gwange.
Nenzika ensozi wezisibuka ; 6
Ensi nebisiba byayo nebinzigalira emirembe
gyona ;
Naye onziyemu obulamu bwange mu kinya,
ai Mukama, Katonda wange.
Ememe yange bweyazirika munze, nenji- 7
jukira Mukama ;
Nokusaba kwange nekutuka gyoli, mu yeka-
luyo entukuvu.
Abo abasayo omwoyo ku byobulimba ebita- 8
limu balekayo okusasirwa kwabwe.
Naye nze nakuwa esadaka yange nedobozi 9
eryokwebaza ;
Nasasula obweyamo bwange.
Obulokozi buva eri Mukama.
Awo Mukama nalagira ekyenyanja nekiseesema 10
Yona ku lukalu.

3

Awo ekigambo kya Mukama nekija eri Yona 1
omulundi ogwokubiri, nga kyogera nti Golokoka, 2
ogende Enineve, ekibuga ekyo ekinene, okibulirire
okubulira kwenkugamba. Awo Yona nagolokoka 3
nagenda Enineve nga Mukama bweyamugamba.
Era Nineve kyali kibuga kinene nyo nyini olu-

4 gendo olwenaku satu okukibuna. Yona nasoka
okuingira mu kibuga (natambula) olugendo lwa
lunaku lumu nayogerera wagulu nagamba nti
Enaku amakumi ana bwezirigwawo, Nineve
5 kirizikirira. Abantu abomu Nineve nebakiriza
Katonda nebalangira okusiba nebambala ebibu-
kutu, bona okuva ku mukulu okutuka ku muto.
6 Ebigambo nebimutuka kabaka Owenineve, nago-
lokoka ku ntebeye nayambula ekyambalokye
7 neyebikako ebibukutu natula muvu. Nalangira
nabulira okubunya Nineve olweteka lya kabaka
nabakungube, nagamba nti Omuntu nensolo,
egana nekisibo, bireme okulega ku kintu ; bireme
8 okulyako nokunywa ama'zi ; naye babikibwe ebi-
bukutu, omuntu era nensolo, bakabirire nyo nyini
Katonda; era bikyuke, buli kintu mu kubo
lyakyo ebi ne mu kyejo ekiri mu mikono gyabyo.
9 Ani amanyi nga Katonda alikyuka alyejusa,
nakyuka okuleka obusungubwe obukambwe
10 tuleme okuzikirira? Katonda nalaba emirimu
gyabwe nga bakyuse mu kubo lyabwe ebi ; Ka-
tonda neyejusa obubi bweyali ayogede okubakola ;
4 natabubakola. Naye Yona natasima na katono
2 nanyikala. Namusaba Mukama nayogera nti
Nkusaba, ai Mukama, sayogera bwentyo nga
nkyali munsi yewafe. Kyenava nyanguwa oku-
dukira Etalasisi ; kubanga nategera nti gwe Ka-
tonda mulungi nowokusasira, atayanguwa kusu-
3 nguwala, ajude ekisa, alekayo okuleta obubi. Kale
no, ai Mukama, nkwegairide, onziyeko obulamu
bwange ; kubanga wakiri nfe okusinga okuba
4 omulamu. Mukama nayogera nti Gwe okoze
5 bulungi okusunguwala? Awo Yona nafuluma
mu kibuga natula ku luwi olwekibuga olwolekede
ebuvanjuba nasisira eyo ekisisira natula omwo
mu kisikirize kyakyo okutusa lwaliraba ekibuga
6 bwekiriba. Mukama Katonda nategeka omuso-

gasoga nagumeza awali Yona gumusikirize ku mutwegwe, gumuwonye enaku zeyali alabye. Awo Yona nasanyuka nyo olwomusogasoga. Naye Katonda nategeka ekiwuka obude bwe- 7
bwakya enkya, nekiruma omusogasoga neguwotoka. Awo olwatuka enjuba bweyavayo, Ka- 8
tonda nategeka embuyaga ezobuvanjuba ezolubugumu, omusana negumwokya Yona mu mutwegwe, nazirika nasaba afe, nayogera nti Wakiri nfe okusinga okuba omulamu. Katonda 9
namugamba Yona nti Gwe okoze bulungi okusunguwala kulwomusogasoga; nayogera nti Nkoze bulungi okusunguwala okutusa lwendifa. Mukama nayogera nti Osaside omusogasoga gwo- 10
takolera mulimu so gwotameza; ogwamerera ekiro ekimu, negubulira ekiro ekimu; nange 11
sandisaside Nineve, ekibuga ekyo ekinene; omuli abantu akasirivu mwobukumi obubiri nokusukirirawo abatainza kwawula mukono gwabwe ogwadyo nomukono gwabwe ogwa kono; era nensolo enyingi?

MIKA.

1

Ekigambo kya Mukama ekyaja eri Mika, 1
Omumolasiti, mu mirembe gya Yosamu, Akazi, ne Kezekiya, bakabaka ba Yuda, kyeyalaba ku Samaliya ne ku Yerusalemi.

Muwulire, mwe abamawanga mwena; tega 2
amatugo, gwe ensi, nebyo byona ebirimu; Mu-

kama Katonda abe mujulirwa eri mwe, Mukama
3 ngaima mu yekaluye entukuvu. Kubanga, laba,
Mukama ava mu kifokye, ali'ka alitambula ku
4 bifo ebigulumivu ebyensi. Nensozi ziryanjulu-
kuka wansiwe nenkonko ziryatika ngebisenge
byenjuki mu maso gomuliro, ngama'zi agayikira
5 awali ebanga. Olwokwonona kwa Yakobo ebyo
byona (biribawo) nolwebibi ebyenyumba ya Isi-
raeri. Okwonona okwa Yakobo kiki? si Sama-
liya? ebifo ebigulumivu ebya Yuda kiki? si
6 Yerusalemi? Awo ndifula Samaliya ngekifunvu
mu tale; ngebizabibu ebisimbe; nange ndisula
amainja gakyo mu lukonko, era ndyerula emi-
7 singi gyakyo. Ebifananyi byakyo byona birise
kulwasekulwa nempera zakyo zona ziryokebwa
omuliro, nange ndizikiriza ebifananyi byakyo
byona; kubanga yazikunganya(nga ziva)mu mpera
eyomukazi omwenzi, era zirida eri empera eyo-
8 mwenzi. Kyendiva mpowogana, ndikuba ebi-
wobe, nditambula nga nyambude engoye zange
era nga ndi bwerere; ndikaba ngebibe, ndijona-
9 jona nga bimaya. Kubanga ebiwundubye tebi-
wonyezeka; kubanga kituse ne ku Yuda; kituse
ku lugi olwa wankaki olwabantu bange, era ku
10 Yerusalemi. Temukibulira mu Gasi, temukaba
amaziga na katono: ku Besireafera nekulukunyiza
11 mu nfufu. Muite muveyo, gwe abera mu Safira,
ngoli bwerere, era ngokwatibwa ensonyi; oyo
abera mu Zanani tavudemu; ebiwobe bya Besi-
12 ezeri birikugyako ekikondo kyakyo. Kubanga
oyo abera mu Malosi yeralikirira ngalindirira
ebirungi; kubanga akabi ka'se, kavude eri
Mukama ku lugi olwa wankaki olwa Yerusalemi.
13 Siba egali ku mbalasi esinga embiro, gwe abera
mu Lakisi: oyo ebibi kwebyasokera eri omuwala
wa Sayuni; kubanga ebyonono bya Isiraeri
14 byalabika mugwe. Kyoliva oliwa ekirabo Mole-

sesi-gasi, ekyokusibula; enyumba za Akizibu ziriba ekyobulimba eri bakábaka ba Isiraeri. Nkyagenda okuleta gyoli, gwe abera mu Malesa, oyo aliba nanyini gwe; ekitibwa kya Isiraeri kirituka era ku Adulamu. Wemwe osalire enviri abana abakusanyusa; gaziya ekiwalatakyo ngempungu; kubanga bakugyidwako bagenze mu kusibibwa.

2

Ziribasanga abo abatesa obutali butukirivu, era abakola obubi ku biriri byabwe! obude bwebukyanga, babukola, kubanga buli mu buinza bwemikono gyabwe. Nabo begomba ebyalo nebabinyaga; era enyumba, nebazitwala; era bajoga omusaja nenyumbaye, era omuntu nobusikabwe. Mukama kyava ayogera bwati nti Laba, utesa akabi ku kika kino, kemutaligyamu bulago bwamwe, so temulitambuza malala; kubanga bino bye biro bibi. Ku lunaku luli balibagerera olugero, era balikuba ebiwobe ebirimu obuinike bungi, (era) balyogera nti Tunyagidwa dala; awanyisa omugabo ogwabantu bange; ngakinziyako! agabira abajemu ebyalo byafe. Kyoliva olema okubera nomuntu alisula omugwa, akalulu bwekamugwako, mu kung'aniro lya Mukama. Temulagulanga, (bwebatyo) bwebalagula. Tebaliragulira abo; ebivume tebirigyibwawo; kiryogerwa, gwe enyumba ya Yakobo, nti Omwoyo gwa Mukama gufunze? bino bye bikolwabye? Ebigambo byange tebimuwomera oyo atambula nobugolokofu? Naye mu naku zino abantu bange baimuse ngabalabe; mugyako esuka ku ngoye zabo abaita nga tebaliko kyebatya, ngabantu abatayagala kulwana. Abakazi ababantu bange mubagoba mu nyumba zabwe ezibasanyusa; ku bana babwe abato mubagyako ekitibwa kyange

1 2 3 4 5 6 7 8 9

10 emirembe gyona. Muimuke, mugende ; kubanga
wano si kiwumulo kyamwe ; olwempitambi eziki-
11 riza, era nokuzikiriza okutenkanika. Omuntu,
atambula nomwoyo ogwokulimba, bwalimba
(ngayogera) nti Ndikulagulira ebyomwenge nebi-
tamiza, yaliba omulaguzi owabantu bano.
12 Sirirema kukunganya abewamwe bona, gwe
Yakobo ; sirirema kuleta aba Isiraeri abalisiga-
lawo ; ndibateka awamu ngendiga eza Bozera ;
ngekisibo ekiri wakati wedundiro lyazo, baliyo-
13 gana nyo kubanga abantu (bangi). Oyo awagula
ayambuse mu maso gabwe ; bawagude baise ba-
tuse ku lugi olwa wankaki, era bafulumide omwo ;
era kabaka wabwe aise mu maso gabwe, Mukama
abakulembede.

3

1 Nenjogera nti Muwulire, mbegairide, mwe
abakulu ba Yakobo, namwe abafuga enyumba
ya Isiraeri ; si kwamwe okumanya omusango?
2 abakyawa ebirungi, era abagala ebibi ; ababa-
gyako ediba lyabwe nomubiri gwabwe ku ma-
3 gumba gabwe ; era abalya omubiri gwabantu
bange ; nebababagako ediba lyabwe namagumba
gabwe bagamenya ; wewawo, babatimatima nge-
bigenda mu kibya, era ngenyama eyomuntamu.
4 Mu biro ebyo banakabiriranga Mukama, so taba-
dangamu ; wewawo, anabakwekanga amasoge mu
kisera ekyo, nga bwebakola obubi mu bikolwa
5 byabwe. Bwati bwayogera Mukama ku banabi
abakyamya abantu bange ; abaluma namanyo
gabwe, era bayogerera wagulu nti Mirembe ; na
buli agana okuwa mu bumwa bwabwe, nokukuma
6 bamukumira olutalo ; nti Kyekiriva kibera ekiro
gyemuli, muleme okwolesebwa ; era ekizikiza
kiriba gyemuli, muleme okulagula ; era enjuba
eribagwira banabi, era obude bulidugala kubo.

Nabalabi balikwatibwa ensonyi, nabalaguzi bali- 7
swala; wewawo, bona balibika ku mimwa
gyabwe; kubanga tewali kudamu kwa Katonda.
Naye mazima nze njijude amanyi olwomwoyo 8
gwa Mukama nomusango nobuzira mbulire Ya-
kobo okwononakwe era (mbulire) Isiraeri ebibi-
bye. Muwulire kino, mbegairira, mwe abakulu 9
benyumba ya Yakobo, namwe abafuga enyumba
ya Isiraeri, abatamwa omusango, era abalya
ensonga zona. Bazimba Sayuni nomusai, era 10
Yerusalemi (bakizimba) nobukyamu. Abakulu 11
bakyo basala omusango, bawebwe empera, ne
bakabona bakyo baigiriza bafune ebintu, ne banabi
bakyo balagula bawebwe efeza; naye bo balyesi-
gama ku Mukama nga bogera nti Mukama tali
wakati wafe? akabi tekalitutukako. Sayuni 12
kyeruliva lulimibwa ngomutala kubwamwe, ne
Yerusalemi kirifuka ebifunvu, nolusozi olwe-
nyumba ngebifo ebigulimivu ebyomukibira.

4

Naye mu naku ezoluvanyuma olulituka olusozi 1
olwenyumba ya Mukama luliba lunyuwevu ku
ntiko yensozi era luliimusibwa okusinga obusozi;
era amawanga galikulukutiramu. Era amawanga 2
mangi agaligenda, negogera nti Muje twambuke
eri olusozi lwa Mukama, neri enyumba ya Katonda
wa Yakobo; naye alituigiriza ebyengudoze, nafe
tuligenda mu makuboge; kubanga mu Sayuni
mwe muliva amateka nekigambo kya Mukama
mu Yerusalemi. Naye alisalira omusango ama- 3
wanga mangi, era alinenya amawanga agamanyi
(agali) ewala; era baliwesa ebitala byabwe okuba
enkumbi namafumu gabwe okuba ebiwabyo;
egwanga teririimusa ekitala ku gwanga, so tebai-
ganga kulwana nate. Naye balitula buli muntu 4
mu muzabibugwe ne mu mutinigwe; so tewali-

bawo abakanga ; kubanga akamwa ka Mukama
5 wegye ke kakyogede. Kubanga amawanga gona
ganagenderanga buli muntu mu linya lya kato-
ndawe, nafe tunagenderanga mu linya lya Mu-
kama Katonda wafe emirembe nemirembe.
6 Ku lunaku luli, bwayogera Mukama, ndiku-
nganya omukazi awenyera, era ndireta oyo ago-
7 bebwa noyo gwenalabisa enaku ; era ndifula oyo
eyawenyera ekitundu ekyasigalawo noyo eyasuli-
bwa ewala (ndimufula) egwanga eryamanyi ; era
Mukama alibafugira ku luszi Sayuni, okusoka
8 kakano era nemirembe gyona. Era nawe, gwe
ekigo ekyekisibo, akasozi akomuwala wa Sayuni,
kulituka gyoli ; wewawo, okufuga okwe'da ku-
li'da, obwakabaka obwomuwala wa Yerusalemi.
9 Lwaki no okukaba enyo ? tewali kabaka gyoli,
omutesawo abula ? obubalagaze nebukukwata,
10 nga (omukazi) alumwa okuzala. Lumibwa, sindi-
kira, gwe omuwala wa Sayuni, nga (omukazi)
alumwa okuzala ; kubanga kakano oliva mu
kibuga, olisisira ku tale, era olituka Ebabuloni ;
eri gyolirokokera ; eri Mukama gyalikununulira
11 mu mukono gwabalabebo. Ne kakano amawanga
mangi agakungana okulwana nawe, agogera nti
Ayononeke, era amaso gafe gatunulire (ebyo bye-
12 gagala nga bituse) ku Sayuni. Naye tebamanyi
birowozo bya Mukama ; so tebategera kutesakwe ;
kubanga abakunganyi'za ngebinywa byengano ku
13 gulirolye. Imuka, owule, gwe omuwala wa
Sayuni ; kubanga ndifula ejemberyo ekyuma,
era ndifula ebinulobyo ebikomo ; nawe olime-
nyamenya amawanga mangi ; era oliwonga ama-
goba gabwe eri Mukama, nebintu byabwe eri
5 Mukama wensi zona. Kakano onekunganya bi-
bina bibina, gwe omuwala webibina ; atuzingi-
ziza fe ; balikuba oluwi omulamuzi wa Isiraeri
nomugo.

Naye gwe Besirekemu Eferasa, ali omuto okuba 2
mu nkumi za Yuda, mugwe mwe muliva gyendi
aliba omufuzi mu Isiraeri; okutambulatambu-
lakwe kwa 'da ne'da, emirembe nga teginabawo.
Kyaliva abawayo okutusa ku biro alumwa oku- 3
zala lwalizala: awo bagandabe abasigalawo
balikomawo eri abana ba Isiraeri. Naye aliimi- 4
rira alirisa (ekisibokye) mu manyi ga Mukama,
mu bukulu obwerinya lya Mukama Katondawe;
era baliberera awo; kubanga mu naku ezo aliba
mukulu okutusa ku nkomerero zensi. Era (omu- 5
ntu) oyo aliba mirembe (gyafe); Omwasuli bwali-
ingira munsi yewafe, bwalitambula mu mayumba
gafe, awo tulimuimusizako abasumba musanvu,
nabantu munana abekitibwa. Nabo balyonona 6
ensi ya Asuli nekitala era ensi ya Nimiroda (bali-
gyonona) bwebaliba nga baingiramu; naye alitu-
lokola eri Omwasuli bwalituka munsi yewafe era
bwalitambula mu nsalo zewafe. Era ekitundu 7
kya Yakobo ekirisigalawo kiriba wakati mu
bantu abangi ngomusulo oguva eri Mukama, nga
empandagirize ku mudo; ezitalindirira muntu so
nabana babantu tebazirwisawo. Era aba Yakobo 8
abalisigalawo baliba mu mawanga, wakati wa-
bantu abangi, ngempologoma mu nsolo ezomuki-
bira, ngempologoma ento mu bisibo byendiga;
bweitamu, erinyirira era etagulatagula so tewali
mulokozi. Omukonogwo guimuke ku balabebo; 9
nabakukyawa bona bazikirire.

Era kiriba ku lunaku luli, bwayogera Mukama, 10
ndikugyamu wakati embalasizo; era ndizikiriza
amagaligo; era ndizikiriza ebibuga ebyomunsi 11
yewamwe, ndisula wansi ebigobyo byona; era 12
ndigyamu obulogo mu mukonogwo; so toliba
na baganga nate; era ndikugyamu wakati ebifa- 13
nanyibyo ebyole nempagizo; so tolisinza nate
emirimu egyengalozo. Era ndisimbula Baserabo 14

15 wakatiwo; era ndizikiriza ebibugabyo. Era ndiwalana egwanga nobusungu nekiruwi ku mawanga agatawulira.

6

1 Kale muwulire ebyo Mukama byayogera; nti Imuka, yomba mu maso gensozi; obusozi buwulire
2 edoboziryo. Muwulire mwe, ensozi, enyombo za Mukama, era mwe emisingi egyensi egyoluberera: kubanga Mukama alina enyombo na-
3 bantube, aliwoza ne Isiraeri. Mwe abantu bange, mbakoze ki? nali mbakoyeza naki? munumirize.
4 Kubanga nakugya munsi Yemisiri nenkununula mu nyumba eyobudu; nenkukulembeza Musa
5 ne Aloni ne Miryamu. Mwe abantu bange, mujukire no Balaka kabaka wa Moabu byeyatesa, era Balamu omwana wa Beola byeyamudamu; (mujukire ebyabawo) okuva Esitimu okutuka Egirigali, mulyoke mumanye ebikolwa
6 ebyobutukirivu ebya Mukama. Naja naki eri Mukama nenvunama mu maso ga Katonda asinga byona? 'musemberere nebiwebwayo ebyokebwa,
7 nenyana ezakamaze omwaka gumu? Mukama alisima endiga eza sedume enkumi oba emiga egyamafuta obukumi? mpeyo omwana wange omuberyeberye olwokwonona kwange, (mpeyo) ekibala kyomubiri gwange olwekibi ekyomu-
8 meme yange? Akubulide, gwe omuntu, ekirungi bwekiri; era Mukama akusalira kiki, wabula okukola ebyensonga, era okwagala ekisa, era okutambula nobuwombefu ne Katondawo?
9 Edobozi lya Mukama lyogerera wagulu eri ekibuga, nowamagezi aliraba erinyalyo; muwulire
10 omugo, noyo bwali agulagide. Amakula gobubi gakyali mu nyumba yomubi, nekibo ekitatuka
11 ekyomuzizo? Ndiba mulongofu (bwemba) neminzani eyobubi nensawo erimu ebipima ebyobu-

limba? Kubanga abagaga bakyo bajude ekyejo, 12
nabo ababera mukyo bogede ebyobulimba, nolulimi lwabwe lwa bulimba mu kamwa kabwe.
Nange kyenvude nkufumita ekiwundu ekinene; 13
nkuzisi'za olwebibibyo. Olirya, so tolikuta; era 14
okutowazibwakwo kuliba wakatiwo; era olijulula, naye tolitwala mirembe; era kyotwala ndikiwayo eri ekitala. Olisiga, naye tolikungula; 15
olirinyirira zeituni, naye tolyesiga mafuta; era olisogola, naye tolinywa ku mwenge. Kubanga 16
ebyalagirwa Omiri bikumibwa, era ebikolwa byona ebyomunyumba ya Akabu; namwe mutambulira mu kutesa kwabwe; ndyoke nkufule ekifulukwa, nabo ababera mukyo ekyokudulirwa; namwe mulitwala ebivume byabantu bange.

7

Zinsanze! kubanga nfanana nga lwebamala 1
okulonda emere yona enungi, ngezabibu ezerebwawo mu lusuku; tewakyali nkota eyokulya; ememe yange yegomba etini esoka okwengera.
Omwegendereza abuze munsi, so tewali mugolo- 2
kofu mu bantu: bona batega okuyiwa omusai, bai'ga buli muntu mugandawe nekitimba.
Engalo zabwe (zikwata) ku byobubi okunyikira 3
okubikola; omulangira asaba, omulamuzi (ayagala) okuwebwa empera; nomukulu ayogera ekibi ekibera mu memeye: bwebatyo bwebabirukira awamu.
Oyo kwabo asinga obulungi 4
(afanana) ngomweramanyo, omugolokofu (kwabo) asinga obubi olukomera lwamagwa: olunaku olwabakumibo, lwe lwokulabwako, lutuse: kakano we wanaba okweralikirira kwabwe.
Te- 5
mwesiga wa mukwano, temulowozanga mukulembeze nga mwesigwa; kuma enzigi zakamwako eri oyo agalamira mu kifubakyo.
Kubanga 6

omwana tasamu kitibwa kitawe, omuwala aimuka ku nyina, mukamwanawe ku nyazalawe; abomunjuye be baba abalabe bomuntu.

7 Naye kubwange natunuliranga Mukama; nalindiriranga Katonda owobulokozi bwange; Kato-
8 nda wange anampuliranga. Tonsanyukirako, omulabe wange; bwengwa, naimuka; bwentula
9 mu kizikiza, Mukama anaba musana gyendi. Nagumikirizanga obusungu bwa Mukama kubanga mujemede; okutusa lwaliwoza ensonga yange, era lwalinsalira omusango: alindeta eri omusana,
10 era ndiraba ku butukirivubwe. Awo omulabe wange alikiraba, alikwatibwa ensonyi; eyangamba nti Mukama Katondawo alirudawa? Amaso gange galimulabako; kakano alirinyirirwa nge-
11 bitosi ebyomungudo. Olunaku olwokuzimba ebisengebyo! ku lunaku luli ekiragiro kiritwali-
12 bwa ewala. Ku lunaku luli baliva mu Bwasuli ne mu bibuga bya Misiri balituka gyoli, era (baliva) mu Misiri okutuka ne ku Muga, nokuva ku nyanja okutuka ku nyanja, nokuva ku lusozi
13 okutuka ku lusozi. Naye ensi eriba kifulukwa, kulwabo ababera omwo, olwebibala ebyebikolwa byabwe.

14 Lisa abantubo nomugogwo, ekisibo ekyobutakabwo, ababera boka, mu kibira wakati wa Kalameri: balire mu Basani ne mu Gireada nga mu
15 naku ezeda. Nga (bwenakola) mu naku lwewava
16 munsi ya Misiri, ndimwolesa ebyekitalo. Amawanga galiraba, galikwatirwa ensonyi amanyi gabwe gona; baliteka engalo zabwe ku kamwa
17 kabwe, amatu gabwe galiziba. Balikomba ku nfufu ngomusota; ngebyekulula ebyensi baliva nga bakankana mu bifo byabwe webekweka: balija eri Mukama Katonda wafe nga batekemu-
18 ka era balitya kululwo. Ani Katonda nga gwe asonyiwa obubi, alekeza okwonona okwabasigalawo

abobutakabwe? talemera mu busungubwe emirembe gyona kubanga asanyukira okusasira. Alikyuka; alitusasira; alisamba okwonona kwafe nekigere; era olisula ebibi byabwe byona mu buziba bwenyanja. Olimukolera Yakobo amazima, (olimukolera) Ibulaimu ekisa, byewalairira bajaja bafe okuva mu naku ezeda. 19 20

NAKUMU.

1

Omugugu gwa Nineve. Ekitabo ekyokwolesebwa kwa Nakumu, Omwerekosi. 1

Mukama ye Katonda wobugya, era awalana egwanga; Mukama awalana egwanga, era owobusungu obungi; Mukama abawalana egwanga abamukyawa, era aterekera abalabebe (obusungu). 2

Mukama tatera kusunguwala, alina amanyi amangi, so talitātira na katono. Ekubo lya Mukama liita mu kikung'unta ne mu kibuyaga, era ebire ze nfufu zebigerebye. 3

Akangavula enyanja nagikaza; era akaza emiga gyona; Basani ebabuse ne Kalameri, era ekimuli ekyoku Lebanoni kibabuse. 4

Ensozi zikankana gyali, obusozi nebusanuka; era etaka neri'muka mu masoge; wewawo, ensi zona ne bona abaziberamu. 5

Mu maso gobusungubwe ani ainza okuimirira? ani ainza okuberawo obusungubwe nga bunyikide? obukambwebwe bufukibwa ngomuliro, nenjazi zimenyekamenyeka ye. 6

Mukama mulungi, kigo ku lunaku olwokulabiramu enaku; era amanyi 7

8 abo abamwesiga. Naye ne mukoka akulukuta
alimalira dala ekifo kyakyo, era abalabebe aliba-
9 gobera mu kizikiza. Kyemutesa ku Mukama
kiki? alimalira dala; obunaku tebuliimuka
10 omulundi ogwokubiri. Kavuna (newakubade
nga bali) ngamagwa agakwataganye, era nga
batobye kwenkana mu kunywa kwabwe, balyo-
11 kerwa dala ngensambu enkalu. Mugwe muvude
12 omu alowoza akabi ku Mukama, atesa ebibi. Bwati
bwayogera Mukama nti Newakubade nga balina
amanyi amakakafu era bangi, era balizikirira,
naye alivawo. Newakubade nga nakulabisa enaku,
13 sikyakulabisanga naku. Era kakano namenya
ekikoligokye kive kugwe, era nakutulakutula
14 ebikusiba. Ne Mukama alagide kugwe baleme
okweyongera okusiga ku linyalyo; ndizikiriza
ekifananyi ekyole nekifananyi ekisanuse bive mu
nyumba ya bakatondabo; ndisima entanayo;
15 kubanga oli mugwagwa. Laba, ku nsozi ebigere
byoyo abulirira ebigambo ebirungi, alangira
emirembe! Wekuma embagazo, gwe Yuda, tuki-
riza obweyamobwo; kubanga omubi takyaitanga
wakatiwo; azikirira dala.

2

1 Oyo atandagira ayambuse mu masogo; kuma
ekigo, tunulira ekubo, nyuweza ekiwatokyo, bera
2 namanyi agatasingika. Kubanga Mukama aza
ekitibwa ekingi kya Yakobo, ngekitibwa ekingi
ekya Isiraeri; kubanga aba'tuluzi baba'tulude
3 nebaya amatabi gemizabibu gyabwe. Engabo
zabazirabe zisigibwako gerenge; abantu abamanyi
bambade engoye entwakavu; ebyuma byamagali
bimasamasa ku lunaku lwatekateka, era amafumu
4 gagalulwa nentisa. Amagali gataira mu ngudo
mbiro, ganyigana mu ngudo engazi; gafanana
5 ngemimuli, gabukabuka ngebimyansa. Ajukira

abekitibwa ababe ; besitala nga bagenda ; bangu-
wa (okutuka) ku bugwe owekigo, ogugabo negu-
tekwatekwa. Enzigi ezokumiga zigudwawo, 6
enyumba ya kabaka nebagisanyizawo. Kuzabu 7
navumbuka, natwalibwa, abazanabe nebakaba nga
nedobozi lyamaiba nga bakuba mu bifuba byabwe.
Naye Nineve (kibadewo) okuva mu naku ezeda 8
ngekidiba kyama'zi ; naye baduka ; Muimirire,
muimirire, (bwebakowola) ; naye tewali atunulira
enyuma. Munyage efeza, munyage ezabu ; ebi- 9
terekebwa tebiriko webikoma, omuwendo ogwe-
bintu byona ebyegombebwa. Kiri busa, kiri bwere- 10
re, kizise : tewali aguma omwoyo, amavivi gakuba-
gana, okulumizibwa kuli mu biwato byona, era
abantu bona batukulatukula mu maso (olwentisa).
Empuku yempologoma erirudawa, nediro lyempo- 11
logoma ento, empologoma ensaja nendusi wezata-
mbula, omwana gwempologoma, so tewali azitisa ?
Empologoma yatagulatagula ekyokumala abana 12
bayo netugira empologoma zayo endusi, nejuza
empuku zayo omui'go nebisulo byayo ebitagulwa.
Laba, ndi mulabewo, bwayogera Mukama wegye ; 13
nange ndyokya amagali gakyo mu muka, nekitala
kirizikiriza empologoma zakyo ento ; era ndigya
kunsi kyotagula, nedobozi lyababakabo teriwuli-
rwanga nate.

3

Zikisanze ekibuga ekyomusai ! (buli) wona 1
wakyo wajude ebyobulimba nebyamanyi ; ekita-
gulwatagulwa tekivamu. Okuvûma kwolukoba no- 2
kuvûma kwa banamuziga abawulunguta ; nemba-
lasi nga zinyirira namagali nga gabukabuka ; nabo
abebagala nga balinya nokumasamasa kwekitala 3
nokumyansa kwamafumu ; era abafu bangi
nemirambo entuno nene ; so nemirambo tegiriko

4 wegikoma ; besitala ku mirambo gyabwe. Kubanga okwenda kwomwenzi omulungi kungi
nyo nyini, omukulu wobulogo, atunda amawanga
5 nebyobwenzibye, era ebika nobulogobwe. Laba,
ndi mulabewo, bwayogera Mukama wegye ; nange
ndibikula ebirengebyo ku masogo ; nange ndi-
galabisa amawanga obwererebwo, nobwaka-
6 baka (ndibulabisa) ensonyizo. Era ndikusulira
ebyenyinyalwa, era ndikugyako ekitibwa, era
7 ndikusawo okuba ekyerolerwa. Awo olulituka
bona abalikutunulira balikuduka nebogera nti
Nineve kyononese ; ani anakikubira ebiwobe ?
8 ndinonyeza wa abo abalikukubagiza ? Osinga
No-amoni obulungi, ekyakubibwa awali emiga,
ekyalina ama'zi mangi enjuwi zona ; era olukomera
lwakyo nyanja ; nenyanja yabera bugwe wakyo ?
9 Obwesiyopya ne Misiri manyi gakyo so tegasingi-
10 ka ; (aba) Puti Nabalubi be bali ababezibo. Naye
kyatwalibwa, kyagenda mu budu ; nabana bato
bakyo batandagirwa ku masanganzira gengudo
zona ; nabekitibwa babakubako akalulu, nabaku-
11 lube bona basibibwa mu njegere. Era nawe
olitamira, olikwekebwa ; era nawe olinonya ekigo
12 kulwabalabe. Ebigobyo byona biriba (nga)
emitini egibako etini ezisoka okwengera : bwezi-
13 kunkumuka, zigwa mu kamwa komuli. Laba,
abantubo wakatiwo bakazi ; enzigi eza wankaki
ezensiyo zigulirwa dala eri abalabebo ; omuliro
14 negulya emikikirogyo. Wesenere ama zi olwoku-
zingizibwa, nyuweza ebigobyo, linya ku taka,
samba ebumba, nyuweza ekyokero kyamatofali.
15 Omuliro gulikwokera eyo ; ekitala kirikuzikiriza,
kirikulya ngakalusejera ; weyaze ngakalusejera,
16 weyaze ngenzige. Wayaza abasubuzibo okusinga
emunyenye ezomugulu obungi ; akalusejera ko-
17 nona nekabuka nekagenda. Ababo abatikidwa
engule (bali) ngenzige ; abagabebo ngebifuko

byamayanzi agabera mu bisagazi ku lunaku lwempewo, naye enjuba bwevayo ziduka, nekifo wezibera tekimanyibwa. Abasumbabo babongota, gwe kabaka Webwasuli; abakulubo abekitibwa bawumula; abantubo basasanira ku nsozi, so tewali wa kubakunganya. Tewali kya kukanya bulumibwo; ekiwundukyo kinene; bona abawulira ebigambobyo bakukubira mu ngalo; kubanga muntu ki obubibwo gwebutatukako enaku zona? 18 19

KABAKUKA.

1

Omuggugu Kabakuka nabi gweyalaba. 1

Ai Mukama, nditusa wa okukaba, nawe nga tokiriza kuwulira? Nkukabirira ebyekyejo, so tokiriza kulokola. Onjoleza ki obutali butukirivu notunulira obukyamu? kubanga okunyaga nekyejo biri mu maso gange: era waliwo empaka, nokuyomba kubawo. Amateka kyegavude gadirira, so nomusango tegufulumanga na katono: kubanga omubi azingiza omutukirivu; omusango kyeguva gufuluma nga gunyoledwa. Mulabe mu mawanga, museyo omwoyo, mwewunye nyo nyini: kubanga nkola omulimu mu naku zamwe, gwemutalikiriza newakubade nga mugubulidwa. Kubanga, laba, ngolokosa Abakalidaya, egwanga eryo ekakali eryanguiriza; abasimba enyiriri okutambula okubuna ensi bweyenkana obugazi, okulya enyumba ezitali zabwe. Ba ntisa, ba 2 3 4 5 6 7

kitibwa: omusango gwabwe nobukulu bwabwe
8 biva eri bo be nyini. Era embalasi zabwe zikira
engo embiro, era nkambwe okusinga emisege
egyekiro; nabasaja babwe abebagala embalasi
bagoma: wewawo, abasaja babwe abebagala emba-
lasi bava wala; babuka ngempungu eyanguwa
9 okulya. Baja lwa kyejo bona; bavulumula amaso
gabwe ngembuyaga ezebuvanjuba; era bakunga-
10 nya abasibe ngomusenyu. Wewawo, asekerera
bakabaka, nabakungu baba ba kudulirwa gyali:
adulira buli kigo; kubanga atuma enfufu naki-
11 menya. Awo aliita ngawulukuka ngembuyaga,
era alisukirira na'za omusango: ye amanyige ge
12 gabera katondawe. Gwe toli wa mirembe nemi-
rembe, ai Mukama Katonda wange, Omutukuvu
wange? tetulifa. Ai Mukama, wamutekerawo
musango; nawe, ai Olwazi, wamunyuwereza
13 kubulirira. Gwalina amaso againze obulongofu
obutatunulira bubi, so toinza kulaba bukyamu,
lwaki gwe okutunulira abo abakusakusa, nosirika
omubi bwalira dala omuntu amusinga obutuki-
14 rivu; nofula abantu ngebyenyanja era ngebintu
15 ebyewalula ebitaliko abifuga? Abakwata bona
nedobo, abatega mu muyagwe, era abakunganyiza
mu kiragalakye: kyava asanyuka najaguza.
16 Kyava awayo sadaka eri omuyagwe, nayotereza
ekiragalakye obubane; kubanga olwebyo omuga-
bogwe kyeguva guba ogwa sava, emereye neba
17 nyingi. Kale kyaliva afuka omuyagwe, natale-
kayo kuta amawanga olutata?

2

1 Ndiimirira wenkumira neneteka ku kigo,
nenengera okulaba byanayogera nange, era
byemba nziramu ebyokwemulugunya kwange.
2 Awo Mukama nanziramu nayogera nti Wandika
okwolesebwa okwo, okwole bulungi ku bipande,

akusoma aduke mbiro. Kubanga okwolesebwa 3
okwo kukyali kwa ntuko zakwo ezalagirwa, era
kwanguwa okutusa enkomerero, so tekulirimba:
newakubade nga kulwawo, kulindirirenga; ku-
banga tekulirema kuja, tekulirwawo. Laba, 4
emeeneye yegulumiziza, si ngolokofu muye: naye
omutukirivu aliba mulamu lwa kukirizakwe.
Wewawo, era omwenge mulyazamanyi, musaja 5
wa malala, era atatula wa'ka; agaziya okwe-
gombakwe ngamagombe, era ali ngokufa, so
tainza ku'kuta, naye nakunganyiza gyali ama-
wanga gona, neyetumira ebika byona. Abo bona 6
tebalimugererako lugero nebamukokolerako eki-
kino nebogera nti Zimusanze oyo ayaza ebyo
ebitali bibye! alitusa wa? era eyebinika emi-
singo! Tebaliimuka nga tomanyiride abo abali- 7
kuluma, tebalizukuka abalikweralikiriza, nawe
noba munyago gyebali? Kubanga wanyaga 8
amawanga mangi, ekitundu kyona ekifisewo ku
mawanga balikunyaga; olwomusai gwabantu
nolwekyejo ekyagirirwa ensi nekibuga ne bona
abakiberamu.

Zimusanze oyo afunira enyumbaye amagoba 9
amabi, azimbe ekisukye wagulu, awonyezebwe
mu mukono gwobubi! Otesere'za enyumbayo 10
ensonyi, ngomalawo amawanga mangi, era waso-
bya ememeyo gwe. Kubanga ejinja liryogerera 11
wagulu nga liima mu kisenge, nomuti guliridamu
nga guima mu misekese.

Zimusanze oyo azimba ekibuga na musai, 12
nanyuweza ekibuga na butali butukirivu! Laba, 13
tekyava eri Mukama wegye abantu okutengejera
omuliro, namawanga okwekoyeseza obutalimu?
Kubanga ensi erijula okumanya ekitibwa kya 14
Mukama, ngama'zi bwegasanikira ku nyanja.

Zimusanze oyo awa mune ebyokunywa, noyo- 15
ngerako nobutwabwo, nokutamiza nomutamiza

16 olyoke otunulire ensonyi zabwe! Ojude ensonyi
awabanga ekitibwa: nawe nywa, obere ngatali
mukomole: endeku eyomumukono gwa Mukama
ogwadyo erikyusibwa eri gwe, nensonyi ezobu-
17 wemu ziriba ku kitibwakyo. Kubanga ekyejo
ekyagirirwa Lebanoni kirikubikako, nokuzikirira
kwensolo ezabatisanga; olwomusai gwabantu
nolwekyejo ekyagirirwa ensi nekibuga ne bona
abakitulamu.
18 Ekifananyi ekyole kigasa ki, omukozi wakyo
nokwola nakyola; ekifananyi ekisanuse nomui-
giriza webyobulimba (bigasa ki), omukozi womu-
limugwe nokwesiga nakyesiga, okukola esanamu
19 ensiru! Zimusanze oyo agamba omuti nti Zu-
kuka; (agamba) ejinja esiru nti Golokoka!
Kino kinaigiriza? Laba, kibikidwako zabu ne
feza, so tewali muka na kamu koka wakati
20 mukyo. Naye Mukama ali mu yekaluye entu-
kuvu: ensi zona zibunire mu masoge.

3

1 Okusaba kwa Kabakuka nabi, Okwekisigiyonosi
2 Ai Mukama, mpulide ebigambobyo, nentya:
Ai Mukama, zukiza omulimugwo wakati mu
myaka,
Gumanyise wakati mu myaka;
Awali obusungu, jukira okusasira.
3 Katonda yaja ngava ku Temani,
Era Omutukuvu (yaja) ngava ku lusozi Palani.
[Sera
Ekitibwakye kyabika ku gulu,
Ensi nejula etendolye.
4 Nokumasamasakwe kwali ngomusana;
Yalina amayembe (nga gava) mu mukonogwe:
Era omwo mwe mwali okukweka amanyige.
5 Kawumpuli yatambula okumukulembera,

Obusale obwomuliro nebufuluma awali ebigerebye.
Yaimirira nagera ensi ; 6
Yatunula nagoba amawanga nagasalamu :
Ensozi ezoluberera nezisasana,
Obusozi obutagwawo nebukutama ;
Okutambulakwe kwali nga bwekwabanga obweda.
Nalaba ewema za Kusani nga zirabye enaku : 7
Amagigi agensi ya Midiani negakankana.
Mukama yanyigira emiga ? 8
Obusungubwo bwali ku miga,
Oba ekiruwikyo ku nyanja,
Nokwebagala newebagala embalasizo,
Nolinya ku magaligo agobulokozi ?
Omutegogwo gwasowolerwa dala ; 9
Ebirairo byewalairira ebika byali kigambo (kya nkalakalira). [Sera
Ensi wagyasamu nemiga.
Ensozi zakulaba nezitya ; 10
Amataba agama'zi negaitawo :
Enyanja yaleta edobozi lyayo,
Neimusa emikono gyayo wagulu.
Enjuba momwezi nebiimirira mu kifo kyabyo 11
mwebibera ;
Olwokutangala kwobusalebwo nga butambula,
Olwokwakayakana kwefumulyo erimasamasa.
Watambula okuita munsi ngoliko ekiruwi, 12
Nowula amawanga ngoliko obusungu.
Wafuluma okuletera abantubo obulokozi, 13
Okuletera obulokozi oyo gwewafukako amafuta ;
Wafumita omutwe ogwomunyumba yomubi,
Ngoyerula omusingi okutuka ne ku nsingo.
[Sera
Wafumita nemigumagye ye omutwe gwabalwa- 14
nyibe :
Baja ngembuyaga ezakazimu okunsasanya :
Okusanyuka kwabwe kulya mwavu kyama.

15 Walinya enyanja nembalasizo,
Entumo eyamazi agamanyi.
16 Nawulira, olubuto lwange nerukankana,
Emimwa gyange negijugumirira edobozi eryo ;
Okuvunda nekuingira mu magumba gange,
nenkankanira mu kifo kyange :
Mpumulire ku lunaku olwokulabiramu enaku,
Bwezirisanga abantu abamutabala ebibina.
17 Kubanga omutini newakubade nga tegwanya,
So nemizabibu nga tegiriko bibala ;
Newebateganira omuzeituni obwerere,
Enimiro nezitaleta mere yona ;
Embuzi nga zimalidwawo ku kisibo,
Songa tewali nte mu biralo :
18 Era naye ndisanyukira Mukama,
Ndijaguliza Katonda owobulokozi bwange.
19 Yakuwa Mukama ge manyi gange,
Naye afula ebigere byange okuba ngebyempeyo,
Era alintambuliza ku bifo byange ebigulumivu.

Bya mukulu wabaimbi, ebyebintu byange ebirina engoye.

ZEFANIYA.

1

1 Ekigambo kya Mukama ekyamujira Zefaniya mutabani wa Kusi mutabani wa Gedaliya mutabani wa Amaliya mutabani wa Kezekiya mu mirembe gya Yosiya mutabani wa Amoni kabaka wa Yuda.
2 Ndizikiririza dala byona okuva ku maso getaka,
3 bwayogera Mukama. Ndimalawo omuntu ne-

nsolo ; ndizikiriza enyonyi ezomubanga nebyenyanja eziri mu nyanja nenkonge wamu nababi : era ndimalawo abantu okuva ku maso getaka, bwayogera Mukama. Era ndimugololerako Yuda 4
omukono gwange ne kwabo bona abali mu Yerusalemi ; era ndimalawo ekitundu kya Baali ekifisewo okuva mu kifo kino, nerinya lya Bakemali wamu ne bakabona ; nabo abasinziza egye eryo- 5
mugulu ku nyumba wagulu ; nabo abasinza, abalairira Mukama nga balaira Malikamu ; nabo 6
aba'ze enyuma obutagoberera Mukama ; nabo abatanonyanga Mukama newakubade okumubuza.

Bunira awali Mukama Katonda : kubanga 7
olunaku lwa Mukama luli kumpi : kubanga Mukama ategese sadaka, atukuziza abagenyibe. Awo 8
olulituka ku lunaku Mukama kwaliwerayo sadaka ndibonereza abakungu nabana ba kabaka nabo bona abambade ebyambalo ebinagwanga. Awo ku lunaku olwo ndibonereza abo bona 9
ababuka ku muzigo, abajuza enyumba ya mukama wabwe ekyejo nobulimba. Awo ku lunaku luli, 10
bwayogera Mukama, walibawo edobozi eryokulekana eriva ku muzigo ogwebyenyanja, nokuwowogana okuva mu luwi olwokubiri, nokubwatuka okunene okuva ku nsozi. Muwowogane, mwe 11
abali mu Makatesi, kubanga abantu bona aba Kanani zibasanze : nabo abebinikanga feza bazikiride. Awo olulituka mu biro ebyo nditaga- 12
njula Yerusalemi ne tabaza ; era ndibonereza abasaja abesenge'ze ebonda lyabwe, abogera mu mutima gwabwe nti Mukama talikola bulungi so talikola bubi. Nobugaga bwabwe bulifuka 13
munyago, nenyumba zabwe matongo : wewawo, balizimba enyumba naye tebalizitulamu ; era balisimba ensuku ezemizabibu naye tebalinywa mwenge gwamu. Olunaku olukulu olwa Mu- 14

kama luli kumpi, luli kumpi era lwanguwa mangu nyo, edobozi eryolunaku lwa Mukama; omusaja owamanyi alikabira eyo ngaliko obuinike
15 bungi. Olunaku olwo lunaku lwa busungu, lunaku lwa buinike nokulaba enaku, lunaku lwa kuzikirako nokulekebwawo, lunaku lwa kizikiza nekikome, lunaku lwa bire nekizikiza
16 ekikute, lunaku lwa kondere nokulawa, eri ebibuga ebiriko enkomera neri ebigo ebigulumivu.
17 Era ndireta obuinike ku bantu, batambule ngabazibe bamaso, kubanga bamwononye Mukama: nomusai gwabwe gulifukibwa ngenfufu, nomubiri
18 gwabwe ngobusa. Efeza yabwe teriinza kubawonyeza ku lunaku olwobusungu bwa Mukama newakubade ezabu yabwe; naye ensi yona omuliro ogwobugyabwe guligyokya: kubanga alimalawo, wewawo, alibamalirawo dala nentisa abo bona abali munsi.

2

1 Mukungane, wewawo, mukungane, ai egwanga
2 eritalina kukwatibwa nsonyi; eteka nga terinaba kuzala, olunaku nga terunaita ngebisusunku, ekiruwi kya Mukama nga tekinabatukako, olunaku olwobusungu bwa Mukama nga terunaba-
3 tukako. Mununye Mukama, mwe mwena abawombefu abomunsi, abakolanga emisangogye; mununye obutukirivu, mununye obuwombefu: mpozi mulikwekebwa ku lunaku olwobusungu
4 bwa Mukama. Kubanga Gaza kirirekebwawo, ne Asikeroni kiriba matongo: Asidoda balikigobamu mu tuntu, ne Ekeroni kirisimbulibwa.
5 Zibasanze abo abali ku lubalama lwenyanja, amawanga Agabakeresi! Ekigambo kya Mukama kibolekede, ai Kanani, ensi Eyabafirisiti; ndiku-
6 zikiriza so tewaliba atula omwo. Nolubalama lwenyanja luliba malundiro, nga mulimu ensisira

ezabasumba nebisibo ebyembuzi. Era olubalama 7
lwenyanja luliba lwa kitundu kyenyumba ya
Yuda ekifisewo; banalundiranga eyo: mu
nyumba za Asikeroni mwebanagalamiranga aka-
wungezi; kubanga Mukama Katonda wabwe
alibajira nakomyawo obusibe bwabwe. Mpulide 8
okuvuma kwa Moabu nokuyomba kwabana ba
Amoni kwebavumye abantu bange nebegulu-
miriza ku nsalo yabwe. Kale, nga bwendi omu- 9
lamu, bwayogera Mukama wegye, Katonda wa
Isiraeri, mazima Moabu aliba nga Sodoma,
nabana ba Amoni nga Gomola, ekifo emyenyango
kyegyemala, nebinya ebyomunyo, namatongo
agatalivawo: abantu bange abaliba basigadewo
balibanyaga, nekitundu kyegwanga lyange ekifi-
sewo kiribasikira. Olwamalala gabwe kyebaliva 10
babera nekyo, kubanga bavumye abantu ba Mu-
kama wegye nebabegulumirizako. Mukama aliba 11
wa ntisa gyebali: kubanga aliko'za bakatonda
bona abensi zona; awo abantu balimusinza,
buli muntu ngaima mu kifokye, ebizinga byona
ebyamawanga. Namwe Abesiyopya, mulitibwa 12
nekitala kyange. Era aligololera omukonogwe 13
ku bukika obwa kono nazikiriza Obwasuli;
nafula Nineve okuba amatongo era kikalu ngolu-
kola. Era ente zirigalamira wakati mukyo, 14
ensolo zona ezamawanga: kimbala era ne namu-
nungu balisula ku mitwe gyempagi zakyo:
edobozi (lyabwe) liriimbira mu bituli; okuzikiri-
ra kuliba mu miryango: kubanga ayerude
enjola ezemivule. Kino kye kibuga ekyesanyu 15
ekyegololanga, ekyayogeranga mu mutima gwa-
kyo nti Nze wendi so tewali mulala wabula nze:
nga kifuse matongo, ekifo ensolo wezigalamira!
buli muntu akiitako alisoza nanyenya omuko-
nogwe.

3

1 Zikisanze ekijemu ekyo era ekyononefu, eki-
2 buga ekijoga! Tekyagondera dobozi; tekyaki-
riza kubulirirwa; tekyesiga Mukama; tekyase-
3 mberera Katonda wakyo. Abakungu bamu
wakati mukyo mpologoma eziwuluguma; abala-
muzi bamu misege gya kiro; tebafisawo kintu
4 okutusa enkya. Banabi bamu biwowongole, era
ba nkwe: bakabona bakyo bayonona ekifo ekitu-
5 kuvu, bagiride amateka ekyejo. Mukama ali
wakati mukyo mutukirivu; talikola ebitali bya
butukirivu; buli nkya ayolesa omusangogwe,
talekayo; naye atali mutukirivu tamanyi ku-
6 kwatibwa nsonyi. Mazewo amawanga, amako-
mera gabwe galekedwawo; nzisiza engudo zabwe,
newataba aitawo: ebibuga byabwe bizikiride,
7 newatabawo muntu so tewali atulamu. Nayo-
gera nti Mazima onontya, onokiriza okubu-
lirirwa; awo enyumba zakyo tezandimalidwawo,
(nga) byona (bwebiri) byenalagira kulwakyo:
naye nebagolokokanga mu makya nebonona ebi-
8 kolwa byabwe byona. Kale munindirire, bwayo-
gera Mukama, okutusa ku lunaku lwendigolokoka
okukwata omuigo: kubanga maliride okukunga-
nya amawanga, ndete obwakabaka okubafukako
okunyiga kwange, ekiruwi kyange kyona;
kubanga ensi zona omuliro ogwobugya bwange
9 gulizirya. Kubanga mu biro ebyo ndikyusiza
amawanga olulimi olulongofu, bona bakabire
erinya lya Mukama, okumuwereza nomwoyo
10 gumu. Abo abanegairira, ye muwala wabange
abasasana, balireta ekitonè kyange nga bava
11 emitala wemiga Egyobwesiyopya. Ku lunaku
olwo tolikwatibwa nsonyi olwebikolwabyo byona
byewansobya: kubanga lwendigya wakati mugwe
ababo abenyumiriza namalala, so nawe toliba na

kitigi nate ku lusozi lwange olutukuvu. Naye 12
ndireka wakati mugwe abantu ababonyabonye-
zebwa era abavu, era balyesiga erinya lya Mu-
kama. Ekitundu kya Isiraeri ekirifikawo tebali- 13
kola ebitali bya butukirivu so tebalyogera
ebyobulimba so nolulimi olukusa terulirabika
mu kamwa kabwe: kubanga balirya, baligalamira,
so tewaliba alibatisa. Imba, ai omuwala wa 14
Sayuni; yogerera wagulu, ai Isiraeri; sanyuka
ojaguze nomutima gwona, ai omuwala wa Yeru-
salemi. Mukama agyewo emisangogyo, agobye 15
omulabewo: kabaka wa Isiraeri, Mukama, ali
wakati mugwe: tolitya bubi nate lwa kubiri.
Ku lunaku olwo Yerusalemi kirigambibwa nti 16
Totya: ai Sayuni, emikonogyo gireme okudirira.
Mukama Katondawo ali wakatiwo, owamanyi 17
analokola: alikusanyukira nesanyu, aliwumulira
mu kwagalakwe, alikusanyukira ngaimba. Ndi- 18
kunganya abo abanakuwalira okukungana okutu-
kuvu, abāli ababo: omugugu ogwali kukyo kyali
kivume (gyebali). Laba, mu biro ebyo ndibone- 19
reza abo bona abakubonyabonya: era ndirokola
omukazi awenyera, nenkunganya oyo eyagobe-
bwa; era ndibafula etendo nerinya abakwatirwa
ensonyi munsi zona. Mu biro ebyo ndibaingiza, 20
ne mu biro ebyo ndibakunganya: kubanga
ndibafula erinya netendo mu mawanga gona
agomunsi zona, bwendikomyawo obusibe bwange
mwe nga mulaba, bwayogera Mukama.

KAGAI.

1

1 Mu mwaka ogwokubiri ogwa Dalio kabaka mu
mwezi ogwomukaga ku lunaku olwomwezi olwo-
luberyeberye ekigambo kya Mukama nekijira mu
Kagai nabi eri Zerubaberi mutabani wa Sealitieri
owesaza lya Yuda neri Yosuwa mutabani wa
Yekozadaka kabona omukulu nga kyogera nti
2 Bwati bwayogera Mukama wegye nti Abantu
bano bogera nti Kakano sikye kisera (fe) okuja,
ekisera ekyokuzimbiramu enyumba ya Mukama.
3 Awo ekigambo kya Mukama nekijira mu Kagai
4 nabi nga kyogera nti Kye kisera mwe be nyini
okubera mu nyumba zamwe ezibikidwako, enyu-
5 mba eno ngeberera awo ngerekedwawo? Kale
no bwati bwayogera Mukama wegye nti Mulowo-
6 ze amakubo gamwe. Mwasiga bingi, nemuku-
ngula bitono; mulya naye temukuta; munywa
naye temukuta byemunywa; mwambala naye te-
wali abuguma; noyo afuna empera afuna (okugi-
7 teka) mu nsawo eyawumukawumuka. Bwati
bwayogera Mukama wegye nti Mulowoze ama-
8 kubo gamwe. Mulinye ku lusozi, mulete emiti,
muzimbe enyumba; nange ndigisanyukira, era
9 ndigulumizibwa, bwayogera Mukama. Mwasu-
bira bingi, awo, laba, nebiba bitono; era bwe-
mwabireta eka, nembifumula. Lwaki? bwayo-
gera Mukama wegye. Ogwenyumba yange
eberera awo ngerekedwawo, namwe mudukira

buli muntu eri enyumbaye ye. Kale kulwamwe egulu kyerivude liziizibwa obutaleta musulo, netaka liziizibwa obutabala bibala byalyo. Ne- mpita ekyanda okuja kunsi ne ku nsozi ne ku ngano ne ku mwenge ne ku mafuta ne kwebyo etaka byeribala ne ku bantu ne ku nsolo ne ku mirimu gyona egyengalo.

Awo Zerubaberi mutabani wa Sealitieri ne Yosuwa mutabani wa Yekozadaka kabona omukulu wamu nabantu bona abafisewo nebagondera edobozi lya Mukama Katonda wabwe nebigambo bya Kagai nabi nga Mukama Katonda wabwe bweyamutuma; abantu nebatya mu maso ga Mukama. Awo Kagai omubaka wa Mukama nagamba abantu ngaima mu bubaka bwa Mukama nti Nze ndi wamu namwe, bwayogera Mukama. Awo Mukama nakubiriza omwoyo gwa Zerubaberi mutabani wa Sealitieri owesaza lya Yuda nomwoyo gwa Yosuwa mutabani wa Yekozadaka kabona omukulu nomwoyo gwabantu bona abali bafisewo, nebaja nebakola omulimu mu nyumba ya Mukama wegye Katonda wabwe, ku lunaku olwomwezi olwamakumi abiri mu nya, mu (mwezi) ogwomukaga mu mwaka ogwokubiri ogwa Dalio kabaka.

2

Mu (mwezi) ogwomusanvu ku (lunaku) olwomwezi olwamakumi abiri mu lumu ekigambo kya Mukama nekijira mu Kagai nabi nga kyogera nti Gamba no Zerubaberi mutabani wa Sealitieri owesaza lya Yuda ne Yosuwa mutabani wa Yekozadaka kabona omukulu nabantu abafisewo ngoyogera nti Ani asigade mumwe eyaba enyumba eno mu kitibwa kyayo ekyasoka? era mugiraba mutya kakano? temugiraba nga terimu ka buntu mu maso gamwe? Era naye kakano

bera namanyi, ai Zerubaberi, bwayogera Mukama; era bera namanyi, ai Yosuwa mutabani wa Yekozadaka kabona omukulu; era mubere namanyi, mwe mwena abantu abomunsi, bwayogera Mukama, mukole omulimu: kubanga nze ndi wamu
5 namwe, bwayogera Mukama wegye, ngekigambo bwekiri kyenalagana namwe bwemwava mu Misiri, omwoyo gwange negubera mumwe: temutya.
6 Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye nti Ekyasigadeyo omulundi gumu, ekisera kitono, nenkankanya egulu nensi nenyanja nolukalu;
7 ndikankanya amawanga gona, nebyo ebyegombebwa amawanga gona birija, era ndijuza enyumba
8 eno ekitibwa, bwayogera Mukama wegye. Efeza yange ne zabu yange, bwayogera Mukama
9 wegye. Ekitibwa ekyenyumba eno ekyoluvanyuma kirisinga kiri ekyasoka, bwayogera Mukama wegye: era mu kifo kino mwendiwa emirembe, bwayogera Mukama wegye.
10 Ku (lunaku) olwamakumi abiri mu nya (olwomwezi) olwomwenda mu mwaka ogwokubiri ogwa Dalio ekigambo kya Mukama nekijira mu Kagai
11 nabi nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama wegye nti Buza no bakabona ebyamateka ngoyo-
12 gera nti Omuntu bwasitulira enyama entukuvu mu kirenge ekyekyambalokye, nakoma ku mere nekirengekye oba mugoyo oba mwenge oba mafuta oba mere yona, kiriba kitikuvu? Bakabona
13 nebadamu nebogera nti Neda. Awo Kagai nalyoka ayogera nti Omuntu atali mulongofu olwomulambo bwaba ngakomye ku kimu kwebyo byona, kiriba ekitali kirongofu? Bakabona nebadamu
14 nebogera nti Kiriba ekitali kirongofu. Awo Kagai nalyoka adamu nayogera nti Abantu bano bwebali bwebatyo, era egwanga lino bweriri bwerityo mu maso gange, bwayogera Mukama; era na buli mulimu ogwemikono gyabwe bwe-

guli bwegutyo ; nekyo kyebawerayo eyo si kirongofu. Kale no, mbegairide, mulowoze okuva 15
lero nokuda enyuma, ejinja nga terinaba kutekebwa ku jinja mu yekalu ya Mukama : mu biro 16
ebyo byona omuntu bweyajanga eri entumo (eyebigero) amakumi abiri wabangawo kumi jerere : omuntu bweyajanga eri esogolero okusena (ebita) amakumi atano, nga mulimu amakumi abiri merere. Nabakuba nokugengewala nobu- 17
kuku nomuzira mu mulimu gwona ogwemikono gyamwe ; era naye temwankyukira, bwayogera Mukama. Mulowoze, mbegairide, okuva lero 18
nokuda enyuma, okuva ku lunaku olwamakumi abiri mu nya (olwomwezi) ogwomwenda, okuva ku lunaku lwebasimba omusingi gwenyumba gweyekalu ya Mukama, mukirowoze. Ensigo zikyali 19
mu gwanika ? wewawo, omuzabibu nomutini nomukomamawanga nomuzeituni teginabala ; okuva ku lunaku lwa lero ndibawa omukisa.

Awo ekigambo kya Mukama nekimujira Kagai 20
omulundi ogwokubiri ku (lunaku) olwamakumi abiri mu nya olwomwezi nga kyogera nti Yogera 21
ne Zerubaberi owesaza lya Yuda ngoyogera nti Ndikankanya egulu nensi ; era ndisula entebe 22
eyobwakabaka (bungi), era ndizikiriza amanyi agobwakabaka obwamawanga ; era ndisula amagali nabo abagatambuliramu ; nembalasi nabo abazebagala balikakanyizibwa buli muntu nekitala kya mugandawe. Ku lunaku olwo, bwayo- 23
gera Mukama wegye, ndikutwala gwe, ai Zerubaberi omudu wange, mutabani wa Sealitieri, bwayogera Mukama, nenkufula ngakabonero ; kubanga nkulonze, bwayogera Mukama wegye.

ZEKALIYA.

1

1 Mu mwezi ogwomunana, mu mwaka ogwokubiri
ogwa Dalio, ekigambo kya Mukama kyaja gyali
Zekaliya, omwana wa Berekiya, omwana wa Ido,
2 nabi, nga kyogera nti Mukama asunguwalide nyo
3 bajaja bamwe. Kyova obagamba nti Bwati bwayo-
gera Mukama wegye nti Mu'de gyendi, bwayogera
Mukama wegye, nange ndida gyemuli, bwayogera
4 Mukama. Muleme okuba nga bajaja bamwe
banabi abeda bebayogereranga wagulu nga ba-
gamba nti Bwati bwayogera Mukama wegye
nti Kale muve mu makubo gamwe amabi ne mu
bikolwa byamwe ebibi ; so tebawulira so teba-
5 mpuliriza, bwayogera Mukama. Bajaja bamwe
balirudawa ? ne banabi baba balamu emirembe
6 gyona ? Naye ebigambo byange namateka gange,
byenalagira abadu bange, banabi, tebyabasanga
bajaja bamwe ? nebakyuka nebogera nti Nga
Mukama wegye bweyalowoza okutukola fe, nga-
makubo gafe bwegali nebikolwa byafe nga bwebiri,
bwatyo bweyatukola.
7 Olunaku olwamakumi abiri mu nya, olwomwezi
ogwekumi nogumu, gwe mwezi Sebati, mu mwaka
ogwokubiri ogwa Dalio, ekigambo kya Mukama
kyaja eri Zakaliya, omwana wa Berekiya, omwana
8 wa Ido, nabi, nga kyogera nti Natunula ekiro ;
era, laba, omuntu nga yebagade embalasi ya

lukunyu, era ngaimiride wakati wemiti emikadasi egyali mu kiwonvu; nenyumawe embalasi, eza lukunyu neza kikusikusi nenjeru. Awo nenjogera nti 9
Ai mukama wange, ebyo biki? Malaika eyali ayogera nange nangamba nti Nakwolesa ebyo bwebiri.
Omuntu eyali aimiride wakati wemikadasi nadamu 10
nayogera nti Ebyo Mukama byatumye okutambulatambula kunsi. Nebimudamu malaika wa Mu- 11
kama eyali aimiride wakati wemikadasi nebyogera nti Tutambudetambude kunsi, era laba, ensi yona eterede ewumude. Malaika wa Mukama nadamu 12
nayogera nti Ai Mukama wegye, olitusa wa obutasasira Yerusalemi nebibuga bya Yuda, byewakanyikalirira emyaka ensanvu? Mukama nadamu 13
malaika eyali ayogera nange ebigambo ebirungi, ebigambo ebyesanyu. Malaika eyali ayogera 14
nange nangamba nti Yogerera wagulu nogamba nti Bwati bwayogera Mukama wegye; nkwatidwa Yerusalemi ne Sayuni obugya, obugya obungi.
Nobusungu obungi mbasunguwalide amawanga 15
abawumula; kubanga nze nanyigako katono, bo nebongera ku kubonabona okwo. Mukama kyava 16
ayogera bwati nti Nkomyewo Eyerusalemi nekisa; enyumba yange erizimbibwa omwo, bwayogera Mukama wegye, nomugwa guliregebwa ku Yerusalemi. Yogerera wagulu nate nogamba nti 17
Bwati bwayogera Mukama wegye nti Oliba oli awo ebibuga byange nebyanjala olwokulaba ebirungi; oliba oli awo Mukama nasanyusa Sayuni, oliba oli awo neyeroboza Yerusalemi.

Nenyimusa amaso gange nentunula; era, laba, 18
amayembe ana. Nemugamba malaika eyali ayo- 19
gera nange nti Ago maki? Nanziramu nti Gano ge mayembe agasasanya Yuda ne Isiraeri ne Yerusalemi. Mukama nanjolesa abawesi bana. Nenjo- 20, 21
gera nti Abo baja kukola ki? Nayogera nti Gano ge mayembe agasasanya Yuda nokuimusa omuntu

nataimusa mutwe; naye bano baze okugasa gula, okugasula amayembe gamawanga agaimusizanga ejembe lyabwe kunsi ya Yuda okugisasanya.

2

1 Nenyimusa amaso gange nentunulira; era, laba, omuntu ngalina omugwa ogugera mu nga-
2 loze. Nenjogera nti Ogenda wa gwe? Nangamba nti Okugera Yerusalemi, ndabe obugazi bwakyo
3 bwebuli nobuwanvu bwakyo bwebuli. Era, laba, malaika eyali ayogera nange navayo ne malaika
4 omulala navayo okumusisinkana namugamba nti Dukanako, mugambe omuvubuka oyo nti Yerusalemi kiribamu abantu, balifika mu bugwe kubanga abantu bangi nebyomubisibo bingi wakati mukyo.
5 Kubanga nze ndiba kukyo bugwe owomuliro enjuwi zona era ndiba kitibwa wakati mukyo,
6 bwayogera Mukama. Mukale, mukale, muduke muve munsi eyobukika obwa kono, bwayogera Mukama: kubanga ngempewo enya ezegulu bweziri, bwembasasanyiza, bwayogera Mukama.
7 Kale, Sayuni, duka owone, gwe atula nomu-
8 wala wa Babuloni. Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye nti Oluvanyuma lwekitibwa antumye eri amawanga agābanyaga; kubanga abakomako mwe akoma ku munyi lyerisolye.
9 Kubanga, laba, ndibakunkumulirako omukono gwange nebaba mwandu gwabadu babwe; namwe munamanya nga Mukama wegye ye yantuma.
10 Imba, sanyuka, gwe omuwala wa Sayuni: kubanga, laba, njija nange ndibera wakati mugwe,
11 bwayogera Mukama. Ku lunaku olwo amawanga mangi agalyegata ne Mukāma negafuka bantu bange: nange ndibera wakati mugwe, nawe olitegeranga nga Mukama wegye yantuma gyoli.
12 Era Mukama alisikira Yuda, okuba omugabogwe munsi entukuvu, era alyeroboza nate Yerusalemi.

Musirike, abalina omubiri mwena mu maso ga 13
Mukama; kubanga azukuse mu kifokye ekitukuvu mwabera.

3

Nanjolesa Yosuwa, kabona omukulu, ngaimi- 1
ride mu maso ga malaika wa Mukama ne Setani ngaimiride ku mukonogwe ogwadyo abe omulabewe. Mukama namugamba Setani nti Mukama 2
akunenye, gwe Setani; wewawo, Mukama eyerobozeza Yerusalemi akunenye: oyo si kisirinza ekikwakulibwa mu muliro? Era Yosuwa yali 3
ayambade engoye engwagwa naimirira mu maso ga malaika. Nadamu nabagamba abo abali 4
baimiride mu masoge, nayogera nti Mumwambuleko engoye engwagwa. Namugamba (Yosuwa) nti Laba, nkuisi'zako obubibwo; nange nakwambaza ebyambalo ebitenkanika. Nenjogera nti Bamu- 5
tikire ku mutwegwe ekiremba ekitukula. Awo nebamutikira ku mutwegwe ekiremba ekitukula nebamwambaza engoye; malaika wa Mukama naimirira awo. Malaika wa Mukama namulabula 6
nyo Yosuwa, ngayogera nti Bwati bwayogera Mu- 7
kama wegye nti Bwolitambulira mu makubo gange, era byenkutira bwolibinyuweza, awo nawe enyumba yange oligisalira omusango, nempya zange olizikuma, era ndikuwa ekifo ekyokusembereramu mu bano abaimiride. Kale, wulira, 8
Yosuwa kabona omukulu, gwe ne bano abatula mu masogo; kubanga be bantu abakabonero bano; kubanga, laba, ndireta omudu wange Etabi. Kubanga, laba, ejinja lyentese mu maso 9
ga Yosuwa; ku jinja limu kuliko amaso musavu; laba, ndyolako enjola zalyo, bwayogera Mukama wegye; ndigyamu obubi munsi eyo ku lunaku lumu. Ku lunaku luli, bwayogera Mukama 10

wegye, munaitanga buli muntu mune okuja wansi womuzabibu ne wansi womutini.

4

1 Malaika eyali ayogera nange nakomawo, nanzukusa ngomuntu bwazukusibwa mu tulotwe.
2 Nangamba nti Olabye ki? Nenjogera nti Ntunude, era, laba, ekitekebwako etabaza ekya zabu kyona nekibya kyakyo nga kiri wagulu kukyo netabaza zakyo omusanvu; etabaza eziri wagulu wakyo, buli tabaza ngeriko emimiro musanvu:
3 nemizeituni ebiri ku mabali eruwi neruwi; ogumu ku mukono ogwadyo ogwekibya, ogumu
4 ku mukono gwakyo ogwa kono. Nenziramu nemugamba malaika eyali ayogera nange nenjo-
5 gera nti Ebyo biki, mukama wange? Malaika eyali ayogera nange nadamu nangamba nti Tomanyi ebyo bwebiri? Nenjogera nti Neda, mu-
6 kama wange. Nadamu nangamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubaberi nga kyogera nti Si lwa manyi so si lwa buinza naye lwa mwoyo gwange, bwayogera Mukama wegye.
7 Olusozi olunene gwe, weita ki? mu maso ga Zerubaberi (olibera) lusenyi; era alireta ejinja erya wagulu nebalirangirira nti Liwebwe ekisa,
8 liwebwe ekisa. Nate ekigambo kya Mukama
9 nekija gyendi nga kyogera nti Emikono gya Zerubaberi girasiza enyumba eyo; era nemikonogye girigimala; era olitegera nti Mukama wegye
10 ye yantuma gyemuli. Kubanga yani anyomye olunaku olwebitono? Kubanga balisanyuka era baliraba ejinja erigera mu ngalo za Zerubaberi, bano omusanvu, (ge) maso ga Mukama; gadu-
11 kanadukana munsi zona. Nenziramu nemugamba nti Emizeituni gino ebiri kiki ku mukono ogwadyo ogwekitekebwako etabaza ne ku mu-
12 kono gwakyo ogwa kono? Nenziramu omulundi

ogwokubiri nemugamba nti Amatabi gano abiri maki agemizeituni agali ku mabali gemimwa ebiri egya zabu agemalamu goka (amafuta aga) zabu? Nanziramu nayogera nti Tomanyi ago 13
bwegali? nenjogera nti Neda, mukama wange. Awo nayogera nti Ago be bana babiri abamafuta 14
abaimirira awali Mukama wensi zona.

5

Era ate nenyimusa amaso gange nentunulira; 1
era, laba, omuzingo gwekitabo ogubuka. Nanga- 2
mba nti Olabye ki gwe? Nenziramu nti Ndabye omuzingo gwekitabo ogubuka; obuwanvu bwagwo emikono abiri nobugazi bwagwo emikono kumi. Nangamba nti Ekyo kye kikolimo ekifuluma 3
okubuna ensi yona: kubanga ngekyo bwekiri, buli a'ba aligobwamu ku luwi lwayo olumu; era ngekyo bwekiri, buli alaira aligobwamu ku luwi lwayo olulala. Ndikifulumya, bwayogera Mu- 4
kama wegye; era kiriingira mu nyumba yomu'bi ne mu nyumba yoyo alaira erinya lyange obulimba; era kirisula mu nyumbaye wakati, era kirigizikiriza nemiti gyayo namainja gayo.

Malaika eyali ayogera nange naja nangamba 5
nti Kale imusa amasogo, olabe kino ekifuluma bwekiri. Nenjogera nti Ekyo kiki? Nayogera 6
nti Ekyo ye efa efuluma. Era nayogera nti Amaso gabwe (bwegali) bwegatyo kunsi yona; [era, laba, etalanta eyesasi yasitulibwa;] noyo 7
ye mukazi ngatula munda wa efa. Nayogera nti 8
Ono (bwe) Bubi; namusula wansi munda mu efa: nateka omusinga gwesasi ku kamwa kayo. Awo nenyimusa amaso gange nentunula; era, 9
laba, abakazi ababiri nebafuluma, empewo nga ziri mu biwawatiro byabwe; era balina ebiwawatiro ngebiwawatiro ebya kasida; nebasitula efa mu banga lyensi negulu. Nemugamba ma- 10

laika eyali ayogera nange nti Abo efa bagitwala
11 wa? Nangamba nti Okumuzimbira enyumba munsi ya Sinala; nayo bwerigwa, alitekebwa eyo mu kifokye ye.

6

1 Era ate nenyimusa amaso gange nentunula; era, laba, amagali ana nga gava wakati wensozi
2 ebiri; nensozi nsozi za bikomo. Ku gali eryoluberyeberye kwaliko embalasi za lukunyu; ne ku gali eryokubiri (kwaliko) embalasi enzirugavu;
3 ne ku gali eryokusatu (kwaliko) embalasi enjeru; ne ku gali eryokuna (kwaliko) embalasi eza kiku-
4 sikusi ezitobesemu obwoya obweru. Nenziramu nemugamba malaika eyali ayogera nange nti
5 Ebyo biki, mukama wange? Malaika nadamu nangamba nti Ebyo ze mpewo enya ezomugulu eziva okuimirira mu maso ga Mukama wensi
6 zona. (Liri) eririko embalasi enzirugavu livudeyo okugenda munsi eyobukika obwa kono; nenjeru zavayo enyuma wazo; nezitobesemu obwoya obweru zavayo okugenda munsi eyobukika obwa-
7 dyo. Neza kikusikusi zavayo nga zagala okugenda zitambuletambule munsi; nayogera nti Muveyo, mutambuletambule munsi. Awo nezi-
8 tambulatambula munsi. Awo nankowola nangamba nti Laba, ezo ezigenda munsi eyobukika obwa kono banzikakanyiza omwoyo munsi eyobukika obwa kono.
9 Ekigambo kya Mukama nekija gyendi nga
10 kyogera nti Gya kwabo abātwalibwa okufugibwa obudu, ku Kaladai, ne ku Tobiya ne ku Yedaya; nawe oje ku lunaku luli oingire mu nyumba ya Yosiya, omwana wa Zefaniya, mwebatuse (nga
11 bavude) Ebabuloni; era obagyeko efeza nezabu obakolere engule nozitikira ku mutwe gwa Yosuwa, omwana wa Yekozadaka, kabona omukulu;

nomugamba nti Bwati bwayogera Mukama wegye 12
nti Laba omuntu, erinyalye Etabi ; naye aliroka
mu kifokye ye, era alizimba yekalu ya Mukama :
oyo yalizimba yekalu ya Mukama ; era oyo yali- 13
twala ekitibwa, alitula ku ntebeye alifuga ; era
aliba kabona ku ntebeye ; nokutesa okwemire-
mbe kulibera wakati wabwe bombi. Nengule 14
ezo ziribera za Keremu ne Tobiya ne Yedaya ne
Keni, omwana wa Zefaniya, ezokubajukiza mu
yekalu ya Mukama. Era abali ewala balija bali- 15
zimba mu yekalu ya Mukama, era mulitegeza nti
Mukama wegye ye yantuma gyemuli. Nebyo
biriba, obanga mulinyikira okuwulira edobozi
lya Mukama Katonda wamwe.

7

Awo olwatuka mu mwaka ogwokuna ogwa ka- 1
baka Dalio, ekigambo kya Mukama nekija eri
Zekaliya, ku (lunaku) olwokuna olwomwezi ogwo-
mwenda, mu Kisirevu. Awo aba Beseri bāli 2
batumye Salezera ne Legemumereka nabantu
babwe okwegairira ekisa kya Mukama, nokwo- 3
gera ne bakabona abomunyumba ya Mukama
wegye ne banabi, nga bogera nti Nandikabide
amaziga mu mwezi ogwokutano nga neyawude
nga bwenakola mu myaka gino egyenkana wano ?
Awo ekigambo kya Mukama wegye nekija 4
gyendi nga kyoyera nti Bagambe abantu bona 5
abomunsi ne bakabona ngoyogera nti Bwemwasi-
banga nemukubira ebiwobe mu (mwezi) ogwokutano ne mu gwomusanvu, mu myaka gino ensa-
nvu, nze mwansibira nze na katono ? Era 6
bwemulya ne bwemunywa, temwerira mweka,
temwenywera mweka ? Tekibagwanide (ku- 7
wulira) bigambo Mukama byeyalangiririranga mu
banabi abeda, Yerusalemi bwekyalimu abantu
era nga kiri mirembe, nebyalo byakyo ebyali

bikiriranye enjuwi zona, nensi eyobukika obwadyo, nensenyi nga bikyalimu abantu.
8 Awo ekigambo kya Mukama nekija eri Zeka-
9 liya, nga kyogera nti Bwati bwayogede Mukama wegye, nti Musale emisango egyensonga, era mukole buli muntu mugandawe ekisa nokusasira;
10 era muleme okujoganga munamwandu ne bamulekwa, omugenyi nomwavu; era muleme okulowozanga obubi omuntu yena eri mune
11 mu mutima gwamwe. Naye nebagana okuwulira nebagyawo ekibegabega nebaziba amatu gabwe
12 baleme okuwulira. Wewawo, nebakakanyaza emitima gyabwe ngejinja eryembalebale baleme okuwulira amateka nebigambo Mukama wegye byeyawererezanga nomwoyogwe mu mukono gwa banabi abeda; obusungu bungi kyebwava
13 buva eri Mukama wegye. Awo olwatuka bweyayogerera wagulu, nabo nebagana okuwulira; bwekityo balikaba, nange ndigana okuwulira,
14 bweyayogera Mukama wegye; naye ndibasasanyiza nembuyaga ezakazimu wakati wamawanga gebatamanyanga. Awo ensi neyononeka enyuma wabwe, omuntu yena aleme okuitamu wade okudamu; kubanga bagifula amatongo ensi eyegombebwa.

8

1 Awo ekigambo kya Mukama wegye nekija
2 (gyendi) nga kyogera nti Bwati bwayogera Mukama wegye nti Nkwatirwa Sayuni obugya, obugya obungi; nkikwatirwa obugya
3 nekiruwi ekingi. Bwati bwayogera Mukama nti Nki'didemu Sayuni, ndibera'wakati mu Yerusalemi: era Yerusalemi kiriitibwa nti Kibuga kya mazima; era nti Lusozi lwa Mukama wegye,
4 Olusozi olutukuvu. Bwati bwayogera Mukama wegye nti Abakade, abasaja nabakazi, balitula ate

mu ngudo za Yerusalemi, buli muntu ngakute
omugo mu mukonogwe kubanga akadiye nyo.
Nengudo ezekibuga zirijula abalenzi nabawala 5
nga bazanyira mu ngudo zakyo. Bwati bwayo- 6
gera Mukama wegye nti Era bwekiriba ekitalo
mu maso gekitundu kyabantu abo ekirisigalawo
mu naku ziri, kyandibade kya kitalo ne mu maso
gange? bwayogera Mukama wegye. Bwati bwayo- 7
gera Mukama wegye nti Laba, ndibalokola abantu
bange okuva munsi eyobuvanjuba nokuva munsi
eyobugwanjuba: ndibagyayo, nabo balibera 8
wakati mu Yerusalemi; nabo baliba bantu bange,
nange ndibera Katonda wabwe mu mazima ne
mu butukirivu. Bwati bwayogera Mukama wegye 9
nti Emikono gyamwe gibe namanyi, mwe abawu-
lira mu naku zino ebigambo bino (ebiva) mu
kamwa ka banabi abāliwo mu naku lwebalasa
enyumba ya Mukama wegye, ye yekalu, ezimbi-
bwe. Kubanga enaku ziri nga tezinatuka, nga 10
tewaliwo mpera eyomuntu so tewaliwo mpera
eyensolo; songa tewali mirembe eri oyo eyafu-
luma noyo eyadayo olwomulabe; kubanga nakya-
yaganya abantu bona buli muntu ne mune. Naye 11
kakano nze sirikola bwentyo ekitundu kyabantu
abo ekyasigalawo, nga mu naku ezeda, bwayogera
Mukama wegye. Kubanga (waliba) ensigo ezemi- 12
rembe; omuzabibu guliwa emere yagwo; etaka
liriwa ekyengera kyalyo; negulu liriwa omusulo
gwalyo; nange ndisisa ekitundu ekyabantu bano
ekirisigalawo ebintu ebyo byona. Awo olulituka 13
nga bwemwali ekikolimo wakati wamawanga,
gwe enyumba ya Yuda nawe enyumba ya Isiraeri,
bwekityo ndibalokola, namwe mulibera mukisa;
temutya; naye emikono gyamwe gibe namanyi.
Kubanga bwati bwayogera Mukama wegye nti 14
Nga bwenalowoza okubakola obubi, bajaja bamwe
bwebansungawaza, bwayogera Mukama wegye, so

15 sejusa ; bwentyo ate ndowozeza mu naku zino
okukikola obulungi Yerusalemi nenyumba ya
16 Yuda ; temutya. Ebigambo byemulikola bye
bino ; mubuliraganenga ebyamazima buli muntu
ne mune; musale emisango egyensonga nemisango
17 egyemirembe mu miryango gyamwe : so omuntu
aleme okulowoza obubi ku mune mu mitima
gyamwe ; so temwagalanga kirairo kyona ekyo-
bulimba ; kubanga ebyo byona byenkyawa, bwa-
yogera Mukama.
18 Awo ekigambo kya Mukama wegye nekija
gyendi nga kyogera nti Bwati bwayogera Mu-
19 kama wegye nti Okusiba okwomu (mwezi) ogwo-
kuna nokusiba okwomu (mwezi) ogwokutano
nokusiba okwomu (mwezi) ogwomusanvu noku-
siba okwomu (mwezi) ogwekumi kuliba eri
enyumba ya Yuda okusanyuka nokujaguza
nembaga enungi ; kale mwagale amazima nemi-
20 rembe. Bwati bwayogera Mukama wegye nti
Oliba oli awo amawanga negaja nabo ababera mu
21 bibuga bingi ; era ababera mu (kibuga) ekimu
baligenda mu kirala nga bogera nti Tugende
mangu okwegairira ekisa kya Mukama nokuno-
22 nya Mukama wegye ; era nange ndigenda. We-
wawo, abantu bangi namawanga agamanyi balija
okunonya Mukama wegye mu Yerusalemi nokwe-
23 gairira ekisa kya Mukama. Bwati bwayogera
Mukama wegye nti Mu naku ziri abantu kumi
balikwata, okuva mu nimi zona ezamawanga,
balikwata ku lukugiro olwomuntu Omuyudaya
nga bogera nti Tuligenda namwe ; kubanga tuwu-
lide nti Katonda ali namwe.

9

1 Omuggugu gwekigambo kya Mukama kunsi ya
Kaderaka, ne Damasiko (kiriba) kiwumulo kya-
gwo ; kubanga eriso lyabantu neryebika byona

ebya Isiraeri liri eri Mukama ; era ne Kamasi
ekiriranye nakyo : Tulo ne Sidoni, kubanga kya 2
magezi mangi nyo. Ne Tulo kyezimbira ekigo 3
nekituma efeza ngenfufu nezabu enungi ngebitomi
ebyomungudo. Laba, Mukama alikigoba mu 4
byakyo, alikuba amanyi gakyo ku nyanja ; era
kiryokebwa omuliro. Asikeroni kiriraba kiritya ; 5
era ne Gaza, nakyo kirirumwa nyo ; ne Ekeroni,
kubanga okusubira kwakyo kuliswala ; ne
kabaka alibula mu Gaza, era ne Asikeroni tekiri-
bamu bantu. Omwana omwebolereze alibera 6
mu Asidoda, era Abafirisiti ndibaloga amalala.
Era ndimugyamu omusai mu kamwake nemi- 7
zizogye wakati wamanyoge ; naye aliba kitundu
ekirisigalawo eri Katonda wafe ; naye alibera
ngomukungu mu Yuda, ne Ekeroni nga Omuye-
busi. Nange ndisisira awali enyumba yange mu 8
maso gegye, omuntu aleme okuitawo newaku-
bade okudayo ; so tewaliba mujozi nate aliita
wakati mubo ; kubanga kakano ndabye namaso
gange.

Sanyuka nyo, gwe omuwala wa Sayuni ; yogere- 9
ra wagulu, gwe omuwala wa Yerusalemi ; laba,
kabakawo aja gyoli ; ye mutukirivu era alina
obulokozi ; muwombefu era nga yebagade endogoi,
nakayana omwana wendogoi. Era Eferaimu 10
ndimugyako egali, ne Yerusalemi (ndikigyako)
embalasi, nomutego ogwolutalo guligyibwako ;
era oyo aligabulira amawanga emirembe ; noku-
fugakwe kuliva ku nyanja okutuka ku nyanja,
era kuliva ku Muga okutuka ku nkomerero
zensi. Era nawe, olwomusai ogwendaganoyo, 11
mbagyemu abasibebo mu bunya omutali ma'zi.
Mukyukire eri ekigo, mwe abasibe abalina esubi ; 12
ku lunaku lwa lero mbulira nti ndikudiza emi-
rundi ebiri. Kubanga newetede Yuda : omutego 13
ngujuziza Eferaimu ; nange ndiina abanabo, gwe

Sayuni, nabanabo, gwe Obuyonani, era ndikufula
14 ngekitala ekyomuzira. Era Mukama alirabika
wagulu gyebali, nakasaleke kalivayo ngenjota;
era Mukama Katonda alifuwa akagombe, era
aligenda ne kikung'unta owobukika obwadyo.
15 Mukama wegye alibazibira; nabo balirya bali-
rinya ku mainja agenvumulo; balinywa balika-
yana ngabomwenge; era balijula ngebibya, nge-
16 nsonda ezekyoto. Era Mukama Katonda wabwe
alibalokola ku lunaku luli ngekisibo kyabantube;
kuba baliba ngamainja agengule, agaimusibwa
17 wagulu ku nsiye. Kubanga obulungibwe songa
bungi, okuwomakwe songa kungi! Engano
eribanyiriza abavubuka, nomwenge omusu (guli-
nyiriza) abawala.

10

1 Musabe Mukama enkuba mu biro ebya dumbi,
Mukama akola ebimyansa; naye alibawa empa-
2 ndagirize, buli muntu omudo mu tale. Kubanga
amayembe gogede ebitalimu nabalaguzi balabye
obulimba; nebogera ebiroto ebyobulimba, neba-
sanyusiza bwerere; kyebava bazungana ngendiga,
3 babonabona kubanga tewali musumba. Obu-
sungu bwange buimuse ku basumba, era ndibo-
nereza embuzi enume; kubanga Mukama wegye
akyalide ekisibokye, ye nyumba ya Yuda, era
4 alibafula ngembalasiye enungi ku lutalo. Eri
ye erivayo ejinja eryokunsonda, (era) eri ye
eninga, (era) eri ye omutego ogwolutalo, (era) eri
5 ye buli mukamuzi wamu. Nabo baliba nga-
bazira abalinyirira (abalabe babwe) mu bitomi
ebyomungudo ku lutalo; nabo balirwana kubanga
Mukama ali wamu nabo: nabo abebagala emba-
6 lasi baliswala. Nange ndigiwa amanyi enyumba
ya Yuda, ndigirokola enyumba ya Yusufu, nange
ndibakomyawo kubanga mbasaside; nabo baliba

nga bwebandibade singa sabagoba ; kubanga nze Mukama Katonda wabwe, nange ndibawulira. Naba Eferaimu balibera ngomuzira, nomutima 7 gwabwe gulisanyuka ngasanyukira omwenge : wewawo, abana babwe balikiraba balisanyuka ; omutima gwabwe gulisanyukira Mukama. Ndi- 8 baitiriza ndibakunganya ; kubanga mbanunude ; era balyala nga bwebāyala. Nange ndibasiga mu 9 mawanga, era balinjijukira nga baima munsi ezewala ; era baliba balamu nabana babwe, era balikomawo. Nange ndibagya munsi ya Misiri, 10 ndibakunganya (nga mbagya) mu Bwasuli ; era ndibatusa munsi ya Gireada ne Lebanoni ; so tewalibalabikira (banga). Naye aliita mu nyanja 11 eyokubonabona, alikuba amayengo mu nyanja, nobuziba bwona obwa Kiira bulikalira ; nekyejo Ekyobwasuli kirikakanyizibwa, nomugo gwa kabaka wa Misiri gulimugyibwako. Nange ndi- 12 basamu amanyi mu Mukama ; nabo balitambulatambula mu linyalye, bwayogera Mukama.

11

Gulawo enzigizo, gwe Lebanoni, omuliro 1 gwokye emivulegyo.

Kuba ebiwobe, gwe omuberosi, kubanga 2 omuvule gugude, kubanga (emiti) emirungi enyo gyononese : mukube ebiwobe, mwe emyera gya Basani, kubanga ekibira ekitatukikako kigude. Edobozi eryebiwobe ebyabasumba ! kubanga 3 obulungi bwabwe bwononese : edobozi eryokuwuluguma kwempologoma ento ! kubanga amalala ga Yolidani gononese. Bwati bwe- 4 yayogera Mukama Katonda wange nti Lisa ekisibo ekyoku'tibwa ; banyinizo bē bazi'ta ne- 5 beita abataziza musango ; nabo abazitunda bagamba nti Atenderezebwe Mukama, kubanga ngagawade : so abasumba bazo ze nyini tebazi-

6 sasira. Kubanga siribasasira nate abo ababera
munsi, bwayogera Mukama: naye, laba, ndiba-
wayo abantu buli muntu mu mukono gwa mune
ne mu mukono gwa kabakawe: nabo balibonya-
bonya ensi, so siribalokola mu mukono gwabwe.
7 Awo nendisa ekisibo ekyoku'tibwa, wewawo,
enafu ezomukisibo. Nenetwalira emigo ebiri;
ogumu nengutuma nti Ekisanyukirwa; omulala
8 nengutuma nti Ebisiba; nendisa ekisibo. Ne-
nziyawo abasumba abasatu mu mwezi ogumu;
kubanga ememe yange bāli bagikoye'za, nememe
9 yabwe nayo nentamwa nze. Awo nenjogera nti
Siribalisa: ekifa kife bufi; ekigenda okugyi-
bwawo, kigyibwewo; ebisigalawo biryangane
10 ekimu omubiri gwa kinakyo. Nentwala omugo
gwange Ekisanyukirwa nengusala wakati ndyoke
ndibye endagano yange gyenalagana namawanga
11 gona. Negumenyeka ku lunaku olwo: bwekityo
abanaku abomukisibo abali bampulira nebategera
12 nga kino kye kigambo kya Mukama. Nemba-
gamba nti Oba kirungi mu maso gamwe, mumpe
empera yange; naye oba si kirungi, mulekeyo.
Awo nebagera okuba empera yange (ebitundu)
13 asatu ebyefeza. Mukama nangamba nti Bisulire
omubumbi, omuwendo ogutukide dala gwebāna-
mula. Nentwala (ebitundu) asatu ebya feza
nembisulira omubumbi mu nyumba ya Mukama.
14 Awo nensala wakati omugo gwange ogwokubiri
Ebisiba, ndibye oluganda eri Yuda ne Isiraeri.
15 Awo Mukama nangamba nti Wetwalire nate
16 ebintu ebyomusumba omusirusiru. Kubanga,
laba, nze ndiimusa omusumba munsi, atalizifako
ziri ezibuze, so talinonya ziri ezisasanye, so tali-
wonya ziri ezimenyese, so talirisa ziri eziimirira,
naye enyama yezo eza sava aligirya, era alitye-
17 mulatyemula ebinulo byazo. Zimusanze omu-
sumba ataliko kyagasa aleka ekisibo! ekitala

(kiriba) ku mukonogwe ne ku lisolye eryadyo : omukonogwe gulikalira, nerisolye eryadyo lirizibira dala.

12

Omuguggu ogwekigambo kya Mukama (oguli) ku Isiraeri. 1

Ayogera Mukama abamba egulu, era asawo emisingi gyensi, era abumba omwoyo gwomuntu mundaye, nti Laba, nze ndifula Yerusalemi endeku eyokutagata, eri amawanga gona enjuwi zona, era eriba neri Yuda bwebazingiza Yerusalemi. 2 Awo olulituka ku lunaku luli 3 ndifula Yerusalemi ejinja erizitowa eri amawanga gona ; bona abaliryebinika balifumitibwa nyo ebiwundu ; era amawanga gona agensi galikungana okukirwanyisa. Ku lunaku luli, bwayogera Mukama, ndisamaliriza buli mbalasi, noyo 4 agyebagade ndimulalusa : ndizibula amaso gange ku nyumba ya Yuda, era ndiziba amaso ga buli mbalasi yamawanga. Nabami ba Yuda balyogera 5 mu mutima gwabwe nti Abali mu Yerusalemi abo manyi gange mu Mukama wegye Katonda wabwe. Ku lunaku luli ndifula abami ba Yuda 6 ngolubumbiro oluliko omuliro (oluli) munku, era ngomumuli ogwomuliro (oguli) mu binywa byengano ; nabo balimalawo amawanga gona enjuwi zona, ku mukono ogwadyo nogwa kono : oliba oli awo Yerusalemi kiribawo nate mu kifo kyakyo, mu Yerusalemi. Era Mukama alisoka 7 okulokola ewema za Yuda, ekitibwa kyenyumba ya Daudi nekitibwa kyabo abali mu Yerusalemi kireme okugulumira okusinga Yuda. Ku lunaku 8 luli Mukama alibazibira abali mu Yerusalemi ; aliba omunafu kubo ku lunaku luli alibera nga Daudi ; era enyumba ya Daudi (eriba) nga Katonda, nga malaika wa Mukama (ali) mu maso gabwe.

9 Awo olulituka ku lunaku luli ndinonya okuziki-
10 riza amawanga gona agatabala Yerusalemi. Era ndifuka ku nyumba ya Daudi ne kwabo abali mu Yerusalemi omwoyo ogwekisa nogwokwegairira; era balitunulira nze gwebafumita: era balimukubira ebiwobe ngomuntu bwakubira ebiwobe omwanawe omu yeka, era balimulumirwa omwoyo ngomuntu bwalumirwa omwana-
11 we omuberyeberye. Ku lunaku luli balikuba ebiwobe bingi mu Yerusalemi ngebiwobe ebya
12 Kadada-limoni mu kiwonvu Megidoni. Era ensi erikuba ebiwobe, buli kika kyoka; ekika ekyenyumba ya Daudi, kyoka; ne bakazi babwe boka; ekika ekyenyumba ya Nasani kyoka, ne bakazi
13 babwe boka; ekika ekyenyumba ya Levi kyoka, ne bakazi babwe boka; ekika Ekya-
14 basimei kyoka, ne bakazi babwe boka; ebika byona ebisigalawo, buli kika kyoka, ne bakazi babwe boka.

13

1 Ku lunaku luli olu'zi luli'gulirwa enyumba ya Daudi nabo abali mu Yerusalemi olwebibi
2 nolwempitambi. Awo olulituka ku lunaku luli, bwayogera Mukama wegye, ndigyamu amanya agebifananyi munsi, so tegalijukirwa nate: era ate ndivisa munsi banabi nomwoyo ogutali
3 mulongofu. Awo olulituka omuntu bwakyagenda okulagula, awo kitawe ne nyina abamuzala balimugamba nti Tolibera mulamu; kubanga oyogerera obulimba mu linya lya Mukama: awo kitawe ne nyina abamuzala balimufumita bwala-
4 gula. Awo olulituka ku lunaku luli banabi balikwatirwa ensonyi buli muntu okwolesebwakwe ngalagula; so tebalyambala kyambalo ekyebyoya
5 balyoke balimbe: naye alyogera nti Siri nabi nze, ndi mulimi wetaka nze; kubanga bantunda

okuva mu buto bwange. Nomu alimugamba nti 6
Ebiwundu ebiri wakati wemikonogyo biki? Awo
alidamu nti Byenafumitirwa mu nyumba yemi-
kwano gyange.

Golokoka, gwe ekitala, okulwana nomusumba 7
wange, nomuntu, ye munange, bwayogera Mu-
kama wegye: tema omusumba, nendiga ziri-
sasana; nange ndisako omukono gwange ku bato.
Awo olulituka munsi yona, bwayogera Mukama, 8
ebitundu byayo bibiri birizikirira birifa; naye
ekyokusatu kirirekebwa omwo. Nekitundu ekyo- 9
kusatu ndikiisa mu muliro, era ndibalongosa nge-
feza bwerongosebwa, era ndibakema nga zabu
bwekemebwa: balikabiriira erinya lyange, nange
ndibawulira: ndyogera nti Be bantu bange; nabo
balyogera nti Mukama ye Katonda wange.

14

Laba, olunaku lwa Mukama luja, omwandugwo 1
bweguligerekerwa mugwe wakati. Kubanga ndi- 2
kunganyiza amawanga gona ku Yerusalemi
okulwana; era ekibuga kirimenyebwa, nenyumba
zirinyagibwa, nabakazi balikwatibwa lwa manyi:
nekitundu kyekibuga kiritwalibwa okufugibwa
obudu; nekitundu ekyabantu ekirisigalawo
tekirimalibwawo mu kibuga. Awo Mukama 3
alitabala alirwana namawanga gali nga bweya-
lwana ku lunaku olwolutalo. Era aliimirira 4
nebigerebye ku lunaku luli ku lusozi olwa Zeituni
olwolekede Yerusalemi ebuvanjuba, nolusozi olwa
Zeituni lulyatika wakati walwo ebuvanjuba ne-
bugwanjuba, era walibawo ekiwonvu ekinene
enyo; ekitundu ekimu ekyolusozi kirijulukuka
(okugenda) ebukika obwa kono, nekitundu kyalwo
ekimu (okugenda) ebukika obwadyo. Namwe 5
mulidukira mu kubo eryomukiwonvu ekyensozi
zange; kubanga ekiwonvu ekyensozi kirituka ku

Azeri : wewawo, muliduka nga bwemwaduka
okukankana kwensi (okwali) mu mirembe gya
Uziya, kabaka wa Yuda : era Mukama Katonda
6 wange alija nabatukuvu bona wamu nawe. Awo
olulituka ku lunaku luli omusana teguliba na
7 kumasamasa na kizikiza, naye walibera olunaku
lumu olumanyibwa Mukama ; si musana so si
kiro : naye olulituka akawungezi walibera omusa-
8 na. Awo olulituka ku lunaku luli ama'zi amalamu
galiva Eyerusalemi ; ekitundu kyago (kirigenda)
mu nyanja eyobuvanjuba nekitundu kyago mu
nyanja eyobugwanjuba ; kiriba (bwekityo) mu
9 kyeya ne mu togo. Era Mukama aliba kabaka
wensi zona : ku lunaku luli Mukama alibera omu
10 nerinyalye limu. Ensi yona erikyuka (eriba)
nga Alaba, okuva mu Geba okutuka ku Limoni
ku luwi olwobukika obwadyo Olweyerusalemi ;
era kiriimuka kiribera mu kifo kyakyo, okuva ku
muzigo gwa Benyamini okutuka ku kifo ekyo-
muzigo ogwoluberyeberye, ku muzigo ogwenso-
nda ; nokuva ku kigo kya Kananeri okutuka ku
11 masogolero ga kabaka. Era abantu balibera
mukyo, songa tewakyali kikolimo ; naye Yerusa-
12 lemi kiriberawo mirembe. Na kino kye kibono-
bono Mukama kyalibalwaza amawanga gona
agalwana ne Yerusalemi : omubiri gwabwe guli-
vunda nga bwebaimirira ku bigere byabwe,
namaso gabwe galivundira mu binya byago,
nenimi zabwe zirivundira mu kamwa kabwe.
13 Awo olulituka ku lunaku luli okuyogana okunene
okuva eri Mukama kuliba mubo ; era balikwata
buli muntu ku mukono gwa mune, nomukonogwe
14 guliimuka okukuba omukono gwa mune. Era ne
Yuda alirwana ne Yerusalemi ; era obugaga obwa-
mawanga gona agaliranyewo bulikungana, zabu
15 nefeza nebyambalo, bingi nyo nyini. Era bweki-
tyo bwekiriba ekibonobono ekyembalasi nekye-

nyumbu nekyengamira nekyendogoi nensolo zona eziriba mu bisulo biri, ngekibonobono ekyo bwekiriba. Awo olulituka buli muntu asigalawo 16
ku mawanga gona agaja (okulwana) ne Yerusalemi anayambukanga buli mwaka okumusinza kabaka, Mukama wegye, nokukuma embaga eyebisisira. Awo olulituka buli muntu mu bika (byona) 17
ebyensi atayambukanga Eyerusalemi kumusinza kabaka, Mukama wegye, enkuba teja kubatonyera. Era ekika kya Misiri bwekitayambukanga bweki- 18
tajanga, (nabo) teribatonyera ; walibawo ekibonobono Mukama kyalibalwaza amawanga agatayambukanga okukuma embaga eyebisisira. Ekyo 19
kiriba kibonerezo kya Misiri nekibonerezo ekyamawanga gona agatayambukanga okukuma embaga eyebisisira. Ku lunaku luli ku ndege zemba- 20
lasi kulibako nti OBUTUKUVU ERI MUKAMA ; era nentamu mu nyumba ya Mukama ziriba ngebibya mu maso gekyoto. Wewawo, 21
buli ntamu nu Yerusalemi ne mu Yuda eriba ntukuvu eri Mukama wegye ; nabo bona abawayo sadaka balija banazitolangako nebafumba omwo : era ku lunaku luli nga tewakyali Mukanani mu nyumba ya Mukama wegye.

MALAKI.

1

Omugugu ogwekigambo kya Mukama eri Isiraeri (ekyajira) mu Malaki.

Nabagala, bwayogera Mukama. Era naye

mwogera nti Watwagala otya? Esau teyali muganda wa Yakobo? bwayogera Mukama: era
3 naye namwagala Yakobo; naye Esau namukyawa, nenfula ensozize okuba amatongo, (nempa)
4 obusikabwe ebibe ebyomulukola. Kubanga Edomu ayogera nti Tukubidwa wansi, naye tulida netuzimba ebifo ebyazika; bwati bwayogera Mukama wegye nti Bo balizimba, naye nze ndyabya: era abantu balibaita nti Nsalo ya bubi, era
5 nti Bantu Mukama bānyigira enaku zona. Era amaso gamwe galiraba, nemwogera nti Mukama agulumizibwe okusuka ensalo ya Isiraeri.
6 Omwana asamu ekitibwa kitawe, nomudu mukamawe: kale obanga ndi kitamwe, ekitibwa kyange kirirudawa? era obanga ndi mukama (wamwe), okutibwa kwange kulirudawa? Mukama wegye bwagamba mwe, ai bakabona abanyoma erinya lyange. Era mwogera nti Twali tunyomye
7 tutya erinyalyo? Muwerayo ku kyoto kyange omugati ogwononese. Era mwogera nti Twakwonona tutya? Kubanga mwogera nti Emeza
8 ya Mukama terimu ka buntu. Era bwemuwayo enzibe yamaso okuba sadaka, nga si bubi! era bwemuwayo ewenyera nendwade, nga si bubi! Kale no gitonere oyo akutwala; anakusanyukira? oba anakiriza amasogo? bwayogera Mukama
9 wegye. Kale no mbegairide musabe ekisa kya Katonda, atukwatirwe ekisa: ebyo byabawo kubwamwe: waliwo kumwe gwanakirizako ama-
10 soge? bwayogera Mukama wegye. Singa mubade mumwe nomu eyandigadewo enzigi, muleme okukuma (omuliro ku) kyoto kyange bwerere! Sibasanyukira na katono, bwayogera Mukama wegye, so sikiriize kiwebwayo eri omukono gwa-
11 mwe. Kubanga okuva enjuba gyeva okutusa gyegwa erinya lyange kulu mu bamawanga; era obubane buwerwayo mu buli kifo eri erinya

lyange, nekiwebwayo ekirongofu: kubanga
erinya lyange kulu mu bamawanga, bwa-
yogera Mukama wegye. Naye mwe mulivumisa 12
kubanga mwogera nti Emeza ya Mukama eyono-
nese, nebibala byayo, ye mereye, terimu ka buntu.
Era mwogera nti Laba, omulimu guno nga guinze! 13
era mugisozeza, bwayogera Mukama wegye; era
mulese ekyo ekyanyagibwa olwamanyi, nekiwe-
nyevu, nekirwade; bwemutyo bwemuleta ekiwe-
bwayo: nandikiriza ekyo mu mukono gwamwe?
bwayogera Mukama. Naye oyo alimba akoli- 14
mirwe, alina enume mu kisibokye, neyeyama
nawayo sadaka eri Mukama ekintu ekiriko obu-
lema: kubanga nze ndi kabaka mukulu, bwa yo-
gera Mukama wegye, nerinya lyange lya ntisa
mu bamawanga.

2

Kale no, mwe bakabona, ekiragiro kino 1
kyamwe. Bwemutakirize kuwulira era bwemu- 2
takirize kukisa ku mwoyo okuwa erinya lyange
ekitibwa, bwayogera Mukama wegye, awo ndiwe-
reza kumwe ekikolimo ekyo, era ndikolimira
emikisa gyamwe: wewawo, maze okugikolimira,
kubanga temukisa ku mwoyo. Laba, ndinenya 3
ensigo kulwamwe, era ndisiga obusa ku maso
gamwe, obusa obwesadaka zamwe; namwe muli-
gyibwawo wamu nabwo. Awo mulimanya nga 4
nze nawereza ekiragiro kino gyemuli, endagano
yange ebere ne Levi, bwayogera Mukama wegye.
Endagano yange yabanga naye eyobulamu nemi- 5
rembe; era nabimuwa ebyo alyoke atye, nantya
natekemukira erinya lyange. Eteka eryamazima 6
lyabanga mu kamwake, so nobutali butukirivu
tebwalabika mu mimwagye: yatambulanga
nange mu mirembe nobugolokofu, nakyusa bangi
okuleka obutali butukirivu. Kubanga emimwa 7
gya kabona gyandinyuwezeza okumanya, era

bandinonyeza amateka mu kamwake: kubanga
8 ye mubaka wa Mukama wegye. Naye mwe
mukyuse mukyamye mu kubo; musitaziza bangi
mu mateka; mwononye endagano ya Levi, bwa-
9 yogera Mukama wegye. Nange kyenvude mba-
fula abanyomebwa abatalimu ka buntu mu maso
gabantu bona; nga bwemutakwata makubo gange
naye nemusayo omwoyo eri amaso gabantu mu
mateka.
10 Fena tetulina kitafe omu? Katonda omu
teyatutonda? tukusizakusiza ki buli muntu mu-
gandawe, nga twonona endagano ya bajaja bafe?
11 Yuda akusizakusiza, era bakola ekyomuzizo mu
Isiraeri ne mu Yerusalemi: kubanga Yuda
ayononye obutukuvu bwa Mukama bwayagala,
era awasiza omuwala wa katonda omunagwanga.
12 Akola bwatyo Mukama alimuzikiririza oyo azu-
kuka noyo aitaba, okuva mu wema za Yakobo,
noyo awayo ekiwebwayo eri Mukama wegye.
13 Era na kino nate mukola: mubika ekyoto kya
Mukama amaziga nokukaba nokusa ebikowe,
nokusayo natasayo nate omwoyo eri ekiwebwayo
so takikiriza mu mukono gwamwe ngasimye.
14 Era naye mwogera nti Lwaki? Kubanga Mu-
kama yabanga mujulirwa eri gwe neri omukazi
owomubuvubukabwo, gwewakusakusa, newaku-
bade nga ye muno era omukazi gwewalagana naye
15 endagano. Era teyakola omu? newakubade
ngalina omwoyo ogwafikawo? Era (yakolera)
ki omu? Yali anonya ezade eriritya Katonda.
Kale mwekume omwoyo gwamwe, so tewaba-
ngawo akusakusa omukazi owomubuvubukabwe.
16 Kubanga nkyawa okugoba (abakazi), bwayogera
Mukama Katonda wa Isiraeri, noyo abika ekya-
mbalokye nekyejo, bwayogera Mukama wegye:
kale mwekume omwoyo gwamwe muleme okuku-
sakusa.

Mwakoya Mukama nebigambo byamwe. Era 17
naye mwogera nti Twamukoya tutya? Kubanga
mwogera nti Buli muntu akola obubi aba
mulungi mu maso ga Mukama, era abasanyukira;
oba Katonda nanyini musango alirudawa? Laba, 3
ntuma omubaka wange, naye alirongosa ekubo
mu maso gange: era Mukama gwemunonya alija
mu yekaluye nga tebamanyiride; nomubaka
wendagano gwemusanyukira, laba, aja, bwayo-
gera Mukama wegye. Naye ani ainza okugumi- 2
kiriza olunaku olwokujakwe? era ani aliimirira
ye bwalirabika? kubanga ali nganga omuliro
gwoyo alongosa efeza, era nga sabuni owabozi:
era alitula ngoyo alongosa efeza nagimalamu 3
amasengere, era alirongosa batabani ba Levi, era
alibasengeja ngezabu nefeza; awo baliwayo eri
Mukama ebiwebwayo mu butukirivu. Awo eki- 4
webwayo ekya Yuda ne Yerusalemi nekiryoka
kimusanyusa Mukama nga mu naku ezeda era
nga mu myaka egyaitawo. Era ndibasemberera 5
okusala omusango; era ndiba mujulirwa mwangu
eri abalogo neri abenzi neri abalaira ebyobu-
limba; neri abo abalyazamanya omupakasi
emperaye, munamwandu natalina kitawe, era
abagoba munagwanga- (obutamuwa bibye), so
tebatya nze, bwayogera Mukama wegye. Kuba- 6
nga nze Mukama sijulukuka; mwe, batabani ba
Yakobo, kyemuva mulema okumalibwawo.
Okuva ku naku za bajaja bamwe nga mukyuka 7
okukyama mu biragiro byange, so temubikwa-
tanga. Mude gyendi, nange nada gyemuli, bwa- 8
yogera Mukama wegye. Naye mwogera nti
Tunada tutya? Omuntu alinyaga Katonda? era
naye mwe munyaga nze. Naye mwogera nti
Twakunyaga tutya? (Mwanyagako) ebitundu
ebyekumi nebiwebwayo. Mukolimidwa ekiko- 9
limo ekyo; kubanga munyaga nze, egwanga lino

10 lyona. Mulete ekitundu ekyekumi ekiramba mu
gwanika, enyumba yange eberemu emere, era
munkeme nakyo, bwayogera Mukama wegye,
obanga siribagulirawo ebituli ebyomugulu,
nembafukira omukisa, newataba na banga ku-
11 gyawo. Era ndinenya omuli kulwamwe, so talizi-
kiriza bibala bya taka lyamwe ; so nomuzabibu
gwamwe tegulikunkumula bibala byagwo mu ni-
miro entuko nga tezinatuka, bwayogera Mukama
12 wegye. Era amawanga gona galibaita ba mukisa:
kubanga muliba nsi esanyuza, bwayogera Mukama
wegye.
13 Ebigambo byamwe byabanga biwaganyavu eri
nze, bwayogera Mukama. Era naye mwogera nti
14 Twakwogerako tutya? Mwayogera nti Okuwe-
reza Katonda kwa bwerere : era kugasa ki nga
tukute ebyo byeyakutira, era nga tutambulide mu
15 maso ga Mukama wegye nga tutokoterede? Era
kakano abamalala betuita abomukisa ; wewawo,
abo abakola obubi bazimbibwa ; wewawo, bakema
16 Katonda nebawonyezebwa. Awo abo abatya
Mukama nebogeragana boka na boka : Mukama
nawuliriza nawulira, ekitabo ekyokujukiza neki-
bawandikirwa mu masoge abo abātya Mukama
17 nebalowoza erinyalye. Era baliba bange, bwayo-
gera Mukama wegye, ku lunaku lwendikolerako,
(baliba) kintu kya nvuma; era ndibasonyiwa ngo-
musaja bwasonyiwa mutabaniwe ye amuwereza.
18 Awo lwemulida nemwawula omutukirivu nomubi,
4 oyo awereza Katonda novo atamuwereza. Kubanga,
laba, olunaku luja, lwokya ngekikomi ; nabama-
lala bona nabo bona abakola obubi baliba bisa-
siro : awo olunaku oluja lūlibokera dala, bwayo-
gera Mukama wegye, obutabalekera kikolo newa-
2 kubade etabi. Naye mwe abatya erinya lyange
enjuba eyobutukirivu eribavirayo ngerina okuwo-
nya mu biwawatiro byayo, awo mulifuluma

nemuligita ngenyana ezomukisibo. Era muliri- 3
nyirira ababi wansi ; kubanga baliba vu wansi
webigere byamwe, ku lunaku lwendikolerako,
bwayogera Mukama wegye.

Mujukire amateka ga Musa omudu wange, gena- 4
mulagiririra ku Kolebu olwa Isiraeri yena, ebira-
giro nemisango. Laba, ndibatumira Eriya nabi 5
olunaku olukulu olwentisa olwa Mukama nga
terunaba kutuka. Era alikyusa omutima gwa 6
bakitabwe eri abana, nomutima gwabana eri ba-
kitabwe ; neme okuja nenkuba ensi nekikolimo.

ENDAGANO EMPYA

EYA MUKAMA WAFE ERA OMULOKOZI WAFE

ISA MASIYA

EYAKYUSIBWA MU LUGANDA OKUVA MU LUYONANI.

London:
BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY.
1896.

THE NEW TESTAMENT OF OUR LORD AND SAVIOUR
JESUS CHRIST TRANSLATED INTO LUGANDA
FROM THE GREEK.

ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA

MATAYO.

1

EKITABO ekyokuzalibwa kwa Isa Masiya, 1
omwana wa Daudi, omwana wa Ibulaimu.
Ibulaimu yazala Isaka; Isaka nazala Yakobo; 2
Yakobo nazala Yuda ne bagandabe; Yuda nazala 3
Perezi ne Zera mu Tamali; Perezi nazala Kezeroni; Kezeroni nazala Lamu; Lamu nazala Aminadabu; Aminadabu nazala Nasoni; Nasoni nazala Salumoni; Salumoni nazala Boazi mu 4 5
Lakabu; Boazi nazala Obeda mu Lusi; Obeda 6
nazala Yese; Yese nazala Daudi kabaka.
Daudi nazala Sulemani mu (muka) Uliya;
Sulemani nazala Lekoboamu; Lekoboamu nazala 7
Abiya; Abiya nazala Asa; Asa nazala Yekosafati; Yekosafati nazala Yolamu; Yolamu nazala Uziya; Uziya nazala Yosamu; Yosamu nazala 8 9
Akazi; Akazi nazala Kezekiya; Kezekiya nazala 10
Manase; Manase nazala Amoni; Amoni nazala 11
Yosiya; Yosiya nazala Yekoniya ne bagandabe, mu biro ebyokutwalibwa Ebabuloni.

12 Oluvanyuma olwokutwalibwa Ebabuloni, Yekoniya nazala Sealatieri; Sealatieri nazala Zeru-
13 baberi; Zerubaberi nazala Abiuda; Abiuda nazala
14 Eriakimu; Eriakimu nazala Azoli; Azoli nazala Sadoka; Sadoka nazala Akimu; Akimu nazala
15 Eriuda; Eriuda nazala Ereazali; Ereazali
16 nazala Matani; Matani nazala Yakobo; Yakobo nazala Yusufu, eyali ba Malyamu, eyazala Isa, aitibwa Masiya.

17 Bwegityo, emirembe gyona, okuva ku Ibulaimu okutuka ku Daudi, emirembe kumi nena; nate, okuva ku Daudi okutuka ku kutwalibwa Ebabuloni, emirembe kumi nena; nate, okuva ku kutwalibwa Ebabuloni okutuka ku Masiya, emirembe kumi nena.

18 Nokuzalibwa kwa Isa Masiya kwali bwekutyo. Malyamu nyina bweyali ngakyayogerezebwa Yusufu, bali nga tebanaba kufumbiriganwa, nalabika ngali lubuto Olwomwoyo Omutukuvu.
19 Awo Yusufu bawe, kubanga yali muntu mu-
tukirivu, natayagala kumukwasa nsonyi, yali
20 alowoza okumulekayo kyama. Laba, bweyali alowoza bwatyo, malaika wa Mukama naja gyali mu kiroto, namugamba nti Yusufu, omwana wa Daudi, totya kumutwala Malyamu mukaziwo, kubanga olubutolwe lwa Mwoyo Mutukuvu.
21 Naye alizala omwana wa bulenzi; nawe olimu-
tuma erinyalye ISA; kubanga ye yalirokola
22 abantube mu bibi byabwe. Ebyo byona bya-
kolebwa, bitukirire Mukama byeyayogerera mu nabi, ngagamba nti

23 Laba, omuwala atamanyi musaja aliba olubu-
to, era alizala omwana wa bulenzi,
Balimutuma erinyalye Emanueri;
24 eritegezebwa nti Katonda (ali) nafe. Yusufu

bweyazukuka mu tulo, nakola nga malaika wa Mukama bweyamulagira, natwala mukaziwe, so teyamumanya okutusa lwoyamala okuzala omwana : namutuma erinyalye ISA.

2.

Awo, Isa bweyazalibwa mu Besirekemu Ekyebuyudaya, ku mirembe gya Kerode kabaka, laba, abalaguzi abava ebuvanjuba nebaja Eyerusalemi, nga bagamba nti Alirudawa oyo eyazalibwa kabaka wa Bayudaya ? kubanga twalaba emunyenyeye ebuvanjuba, netuja okumusinza. Kerode kabaka bweyawulira neyeralikirira, era Nabeyerusalemi bona. Nakunganya bakabona abakulu bona, nabawandisi ababantu, nababuza nti Masiya alizalibwa wa ? Nabo nebamugamba nti Mu Besirekemu Ekyebuyudaya: kubanga bwekyawandikibwa nabi bwekityo nti

Nawe Besirekemu, ensi ya Yuda,
Toli mutono mu balangira ba Yuda:
Kubanga afuga aliva mugwe,
Alirunda abantu bange Isiraeri.

Awo Kerode nabaita abalaguzi kyama, nababuliriza nyo ebiro emunyenye byeyakamala okulabika. Nabasindika Ebesirekemu, nabagamba nti Mugende, munonye nyo, mulabe omwana bwafanana ; naye bwemumulabanga, nemuja mumbulira, nange ndyoke njije musinze. Bwebawulira kabaka, nebagenda ; laba, emunyenye eyo, gyebalabira ebuvanjuba, nebakulembera, neja neimirira wagulu omwana wali. Bwebalaba emunyenye, nebasanyuka esanyu lingi nyo. Nebaingira mu nyumba, nebalaba omwana ne Malyamu nyina ; nebavunama, neba-

musinza omwana; nebasumulula ensawo zabwe, nebamutonera ebirabo (bya) zabu, nobubane,
12 nomugavu. (Katonda) bweyabalabulira mu kiroto baleme okudayo eri Kerode, nebadayo ewabwe mu kubo dala.
13 Laba, bwebamala okugenda, malaika wa Mukama nalabikira Yusufu mu kiroto, ngamugamba nti Golokoka, otwale omwana ne nyina, odukire Emisiri, obereyo okutusa nze lwendikugamba, kubanga Kerode aja okunonya omwana
14 okumuta. Naye nazukuka, natwala omwana ne
15 nyina ekiro, nagenda Emisiri; nabera eyo, okutusa Kerode bweyafa; ekigambo kitukirire Mukama kyeyayogerera mu nabi, ngagamba
16 nti Naita mwana wange okuva mu Misiri. Awo Kerode, bweyalaba ngabalaguzi bamudulira, nasunguwala nyo, natuma okubata abana abobulenzi bona abali Ebesirekemu ne ku nsalo zakyo zona, abakamala emyaka ebiri nabatanaba okutusa egyo, ngebiro byeyabulirizamu enyo abalaguzi
17 bwebyali. Awo ekigambo nabi Yeremiya kyeyayogera nekiryoka kitukirira, bweyagamba nti
18 Edobozi lyawulirwa mu Lama,
Okukaba nokukuba ebiwobe ebingi,
Lakeri ngakabira abanabe;
So teyayagala kukubagizibwa, kubanga tewakyali.
19 Naye Kerode bweyamala okufa, laba, malaika wa Mukama nalabikira Yusufu mu kiroto Emi-
20 siri, ngagamba nti Golokoka, otwale omwana ne nyina, ogende munsi ya Isiraeri: kubanga abali
21 banonya omwana okumuta bafude. Nagolo-
22 koka, natwala omwana ne nyina, naja munsi ya Isiraeri. Naye bweyawulira nti Alikerao ye kabaka Webuyudaya ngasikide kitawe Kerode,

natya okudayo. Naye (Katonda) bweyamulabulira mu kiroto, neyekolobya, naita ku luwi Lwegaliraya, naja nabera mu kyalo, erinya 23
lyakyo Nazalesi: ekigambo banabi kyebayogera kitukirire, nti Aliitibwa Munazolayo.

3.

Mu naku ezo, Yokana Omubatiza naja ngabu- 1
lirira mu dungu Eryebuyudaya,[2] ngagamba nti 2
Mwenenye; kubanga obwakabaka obwomugulu
bunatera okutuka. Kubanga oyo nabi Isaya 3
gweyayogera, ngagamba nti

Edobozi lyoyo ayogerera wagulu mu dungu nti
Mulongose olugudo lwa Mukama,
Mulungamye amakuboge.

Naye Yokana oyo yayambalanga engoye eze- 4
byoya byengamira, nga yesiba olukoba olwediba mu kiwato; nemereye yali nzige na mubisi
gwenjuki ezomunsiko. Awo Eyerusalemi Nobu- 5
yudaya bwona, nensi yona eriranye Yolidani,
nebavayo nebaja gyali; nababatiza mu nyanja 6
Yolidani, nga batula ebibi byabwe. Naye bwe- 7
yalaba Abafalisayo abangi Nabasadukayo abangi
nga bajirira okubatizakwe nabagamba nti Mwe
abana bemisota, ani eyabalabula okuduka obu-
sungu obugenda okuja? Mubale ebibala ebisani- 8
de okwenenya. temulowoza kwogera mu mitima 9
nti Tulina Ibulaimu ye jajafe: kubanga mbagamba nti Katonda ainza mu mainja gano oku-
gafuliramu Ibulaimu abazukulu. Naye kakano 10
emba'zi etekedwa ku kikolo kyemiti: buli muti
ogutabala mere nungi gunatemebwa, gunasuli-
bwa mu muliro. Nze mbabatiza na ma'zi olwo- 11
kwenenya: naye oyo aja enyuma wange yansi-

nga amanyi, sisanira na kukwata ngatoze: oyo
alibabatiza Nomwoyo Omutukuvu nomuliro.
12 Olugalirwe luli mu mukonogwe, naye alirongosa
nyo egulirolye; alikunganyiza engano mu gwa-
nika, naye ebisusunku alibyokya nomuliro
ogutazikira.
13 Awo Isa nava Egaliraya, natuka ku Yolidani
14 eri Yokana, amubatize. Naye Yokana yali
ayagala okumugana, ngagamba nti Nze netaga
15 gwe okumbatiza, nawe oja gyendi? Naye Isa
nadamu, namugamba nti Kiriza kakano: kuba-
nga kitugwanira bwetutyo okutukiriza obutuki-
16 rivu bwona. Nalyoka amukiriza. Awo Isa,
bweyamala okubatizibwa, amangwago nava mu
ma'zi: laba, egulu nerimubikukira, nalaba
17 Omwoyo gwa Katonda ngaka ngejiba, ngaja
kuye; laba, edobozi neriima mu gulu, nga liga-
mba nti Oyo ye Mwana wange, gwenjagala, gwe-
nsanyukira enyo.

4.

1 Awo Isa natwalibwa Omwoyo mu dungu oku-
2 kemebwa Setani. Bweyamala okusiba enaku
amakumi ana, emisana nekiro, enjala neryoka
3 emuluma. Omukemi naja namugamba nti
Oboli Mwana wa Katonda, gamba amainja gano
4 gafuke emere. Naye nadamu nagamba nti Kya-
wandikibwa nti Omuntu tabanga mulamu na mere
yoka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa
5 ka Katonda. Awo Setani namutwala ku kibuga
ekitukuvu; namuteka ku kitikiro kyeyekalu,
6 namugamba nti Oboli Mwana wa Katonda,
buka ogwe wansi: kubanga kyawandikibwa nti
Alikulagiririza bamalaikabe:
Mu mikono gyabwe balikuwanirira,

Oleme okwesitala ekigerekyo ku jinja.
Isa namugamba nti Kyawandikibwa nate nti 7
Tokemanga Mukama Katondawo. Ate Setani 8
namutwala ku lusozi oluwanvu enyo, namulaga ensi za bakabaka bona abali munsi, nekitibwa kyazo; namugamba nti Ebyo byona 9
nakuwa bwonovunama okunsinza. Awo Isa na- 10
mugamba nti Vawo genda, Setani: kubanga kyawandikibwa nti Osinzanga Mukama Katondawo, omuwerezanga yeka. Awo Setani namuleka; 11
laba, bamalaika nebaja, nebamuwereza.

Awo bweyawulira nga Yokana bamuwadeyo, 12
nadayo Egaliraya; naleka Enazalesi, naja, na- 13
bera Ekaperenaumu, ekiri ku nyanja, mu nsalo za Zabuloni ne Nafutali: ekigambo kitukirire 14
nabi Isaya kyeyayogera, ngagamba nti

Ensi ya Zabuloni nensi ya Nafutali, 15
Ekubo lyenyanja, emitala wa Yolidani,
Egaliraya eyamawanga,
Abantu abali batula mu kizikiza, 16
Balaba omusana mungi,
Nabo abali batula munsi yokufa ne mu kisikirize kyakwo,
Omusana gwabakira.

Isa nasokera awo okubulira nokugamba nti 17
Mwenenye; kubanga okwakabaka obwomugulu bunatera okutuka.

Bweyali ngatambula ku tale lyenyanja Yega- 18
liraya, nalaba aboluganda babiri, Simoni gwebaita Petero, ne Andereya mugandawe, nga basula omugonjo mu nyanja, kubanga bali bavubi. Nabagamba nti Muje, muite nange, 19
nange ndibafula abavubi babantu. Amangwago 20
nebaleka emigonjo, nebaita naye. Natambulako 21
mu maso nalaba aboluganda babiri abalala, Ya-

kobo (omwana) wa Zebedayo, ne Yokana mugandawe, (nga bali) mu lyato wamu ne kitabwe Zebedayo, nga bayunga emigonjo gyabwe; na-
22 baita. Amangwago nebalekawo eryato ne kitabwe, nebaita naye.
23 Isa nabunya Egaliraya yona, ngabaigiririza mu makunganiro gabwe, era ngabulira enjiri eyobwakabaka, era ngawonya endwade zona nobu-
24 nafu bwona mu bantu. Ebigambobye nebibuna Obusuli bwona: nebamuletera bona abali balwade, abali bakwatibwa endwade eztali zimu, nebibonyobonyo, nabemizimu, nabensimbu, nabali
25 bakozimbye; nabawonya. Ebibina bingi, nga bava Egaliraya Nedekapoli Neyerusalemi Nebuyudaya nemitala wa Yolidani nebaita naye.

5.

1 Bweyalaba ebibina, nalinya ku lusozi: na-
2 tula wansi, abaigirizwabe nebaja gyali: nayasamya akamwake, nabaigiriza ngagamba nti
3 Balina omukisa abavu mu mwoyo: kubanga abo obwakabaka obwomugulu bwe bwabwe.
4 Balina omukisa abali mu naku: kubanga abo balisanyusibwa.
5 Balina omukisa abatefu: kubanga abo balisikira Ensi.
6 Balina omukisa abalumwa enjala nenyonta olwobutukirivu: kubanga abo balikusibwa.
7 Balina omukisa abekisa: kubanga abo balikwatirwa ekisa.
8 Balina omukisa abalina omutima omulongofu; kubanga abo baliraba Katonda.
9 Balina omukisa abatabaganya: kubanga abo baliitibwa bana ba Katonda.

Balina omukisa abaiganyizibwa olwobutukirivu: kubanga abo obwakabaka obwomugulu bwe bwabwe. Mwe mulina omukisa bwebanabavumanga, bwebanabaiganyanga, bwebanabawairanga buli kigambo kibi, okubavunanya nze. Musanyuke, mujaguze nyo: kubanga empera yamwe nyingi mu gulu: kubanga bwebatyo bwebabaiganya banabi abasoka mwe.

Mwe muli munyo gwa Nsi; naye omunyo bwegugwamu ensa, balirungamu munyo nabaki? Tegukyasana nate, wabula okusulibwa ebweru, abantu okugulinyirira. Mwe muli musana gwa Nsi. Ekibuga bwekikubibwa ku lusozi, tekiinzika kukisibwa. So tebakoleza tabaza okugivunikira mu kibo; wabula okugiteka kungulu ku kikondo kyayo; nayo ebakira bona abali munju. (Kale) omusana gwamwe gwakenga bwegutyo mu maso gabantu, balabe ebigambo ebirungi byemukola, balyoke bagulumize Kitamwe ali mu gulu.

Temulowozanga nti naja okudibya Amateka oba (ebya) Banabi: saja kudibya, wabula okutukiriza. Kubanga mbagamba mazima nti Egulu nensi okutusa lwebirigwawo, enukuta emu newakubade akatonyeze akamu Akomumateka tekaligwawo, okutusa byona lwebirimala okutukirira. Kale buli alidibya linago amateka gano amatono era aliigiriza abantu bwatyo, aliitibwa mutono mu bwakabaka obwomugulu: naye buli aligakwata era aligaigiriza, oyo aliitibwa mukulu mu bwakabaka obwomugulu. Kubanga mbagamba nti, obutukirivu bwamwe bwebutalisinga (butukirivu) bwa bawandisi Nabafalisayo, temuliingira na katono mu bwakabaka obwomugulu.

21 Mwawulira abeda bwebagambibwa nti To-
tanga; naye omuntu bwanatanga, ana'zanga
22 omusango: naye nange mbagamba nti buli
muntu asunguwalira mugandawe, ali'za omu-
sango; naye anagambanga mugandawe nti
Laka, asanide (okutwalibwa) mu lukiko, naye
anagambanga nti Musirusiru, asanide (okusu-
23 libwa) mu Geyena eyomuliro. Kale, bwoba-
nga olese sadakayo ku kyoto, bwoima eyo
nomala ojukira nga mugandawo akuliko ekiga-
24 mbo, lekawo sadakayo mu maso gekyoto, ode-
yo, osoke omale okutabagana ne mugandawo,
25 olyoke okomewo oweyo sadakayo. Yagalana
mangu noyo akuwawabira ngokyali naye mu
kubo; akuwawabira aleme okukutwala eri
katikiro, so ne katikiro aleme okukuwa omu-
mbowa, era oleme okutekebwa mu komera.
26 Mazima nkugamba nti Tolivamu, okutusa lwo-
limala okukomekereza nensimbi emu.
27 Mwawulira bwebagambibwa nti Toyendanga:
28 naye nange mbagamba nti buli muntu atunulira
omukazi okumwegomba, ngamaze okumwendako
29 mu mutimagwe. Obanga erisolyo eryadyo likwe-
sitaza, ligyemu, lisule wala: kubanga kye kisinga
obulungi ekitundukyo ekimu kizikirire, omu-
birigwo gwona guleme okusulibwa mu Geyena.
30 Era obanga omukonogwo ogwadyo gukwesitaza,
gutemeko, gusule wala: kubanga kye kisinga obu-
lungi ekitundukyo ekimu kizikirire, omubirigwo
31 gwona guleme okugenda mu Geyena. Bagambi-
bwa nate nti Omuntu bwagobanga mukaziwe,
32 amuwanga ebaluwa eyokumugoba: naye nange
mbagamba nti buli muntu agobanga mukaziwe,
wabula ogwobwenzi, ngamwenze'za: naye awa-
sanga gwebagoba, ngayenze.

Mwawulira ate abeda bwebagambibwa nti 33
Tolairanga bya bulimba, naye omutukiririzanga 34
Mukama byolaira: naye nange mbagambanti
Tolairanga na katono, newakubade egulu, kuba-
nga ye ntebe ya Katonda; newakubade Ensi, 35
kubanga ye gyatekako ebigerebye; newakubade
Eyerusalemi, kubanga kye kibuga kya Kabaka
omukulu. So tolairanga mutwegwo, kubanga 36
toinza kufula luviri lumu oba lweru oba ludu-
gavu. Naye ebigambo byamwe biberenga nti 37
Wewawo, wewawo; siwewawo, siwewawo: naye
ebisinga ebyo biva mu mubi.

Mwawulira bwebagambibwa nti Eriso ligatwe- 38
nga eriso, nerinyo ligatwenga erinyo: naye 39
nange mbagambanti Temuziizanga mubi: naye
omuntu bwakukubanga oluba olwadyo, omukyu-
kizanga nolwa kono. Omuntu bwayagalanga 40
okuwoza nawe okutwala ekanzuyo, omulekeranga
nekizibawokyo. Omuntu bwakutwalanga na- 41
manyi ekisera ekimu, ogendanga naye nekyo-
kubiri. Akusabanga omuwanga; omuntu bwa- 42
yagalanga okumuwola, tomukubanga mabega.

Mwawulira bwebagambibwa nti Oyagalanga 43
muno, okyawanga omulabewo: naye nange mba- 44
gamba nti Mwagalenga abalabe bamwe, muba-
sabirenga ababaiganya; mulyoke mubere abana 45
ba Kitammwe ali mu gulu: kubanga enjubaye
agyakiza ababi nabalungi, abatonyeseza enkuba
abatukirivu nabatali batukirivu. Kubanga 46
bwemunayagalanga ababagala, mulina mpera
ki? nabawoza tebakola bwebatyo? Bwemu- 47
nalamusanga baganda bamwe boka, munabasi-
nzangawo ki? nabamawanga tebakola bwe- 48
batyo? Kale mwe muberenga abatukirivu, nga
Kitammwe ali mu gulu bwali omutukirivu.

6.

1 Mwekume obutakolanga bigambo byamwe ebyobutukirivu mu maso gabantu, era babalabe: kubanga bwemunakolanga bwemutyo temuwebwenga mpera eri Kitamwe ali mu gulu.
2 Kale, bwogabiranga abavu, tofuwanga ng'ombe mu masogo, nga bananfusi bwebakola mu makung'aniro ne mu ngudo, abantu babawe ekitibwa. Mazima mbagamba nti Bamaze oku-
3 webwa empera yabwe. Naye gwe, bwogabiranga abavu, omukonogwo ogwa kono guleme
4 okumanyanga ogwadyo bwegukola: okugabakwo kuberenga kwa kyama: awo Kitawo alaba mu kyama alikuwa empera.
5 Era bwemusabanga, temubanga nga bananfusi: kubanga bagala okusaba nga baimiride mu makung'aniro ne ku mabali gengudo, era abantu babalabe. Mazima mbagamba nti Bamaze oku-
6 webwa empera yabwe. Naye gwe bwosabanga, ingiranga mu kisenge munda, omalanga kugalawo lugi, nolyoka osaba Kitawo ali mu kyama, awo Kitawo alaba mu kyama, alikuwa empera.
7 Namwe bwemusabanga, temudang'ananga mu bigambo bwerere, ngabannawanga bwebakola: kubanga balowoza nga banawulirwa olwebigambo
8 byabwe ebingi. Kale, temufanana ngabo: kubanga Kitamwe amanyi byemwetaga nga
9 temunaba kumusaba. Kale, musabenga bwemuti, nti Kitafe ali mu gulu, Erinyalyo litu-
10 kuzibwe. Obwakabakabwo buje. Byoyagala babikole munsi, nga (bwebabikola) mu gulu.
11, 12 Otuwe lero emere yafe eya lero. Otusonyiwe amabanja gafe, nga fe bwetwabasonyiwa

abatwewolako. Totutwala mu kukemebwa, 13
naye otulokole eri omubi. Kubanga bwemuna- 14
sonyiwanga abantu ebyonono byabwe, Kitamwe
ali mu gulu anabasonyiwanga namwe. Naye 15
bwemutasonyiwenga bantu ebyonono byabwe,
so ne Kitamwe tasonyiwenga byonono byamwe.

Nate bwemusibanga, temuberanga nga bana- 16
nfusi, abalina amaso agenaku: kubanga beyo-
nona amaso gabwe, era abantu babalabe nga
basiba. Mazima mbagamba nti Bamaze okuwe-
bwa empera yabwe. Naye gwe bwosibanga, 17
osabanga amafuta ku mutwe, onabanga ne mu
maso; abantu baleme okulaba ngosiba, naye 18
Kitawo ali mu kyama: awo Kitawo alaba mu
kyama alikuwa empera.

Temweterekeranga bintu kunsi, kwebyo- 19
nonekera nenyenje nobutalage, nababi kwe-
basimira neba'ba: naye mweterekerenga ebintu 20
mu gulu, mwebitayononekera nenyenje newa-
kubade obutalage, so naba'bi mwebatasimira, so
teba'ba: kubanga ebintubyo webibera, omu- 21
timagwo nagwo gunabera eyo. Etabaza yomu- 22
biri lye liso: erisolyo bweriraba awamu, omu-
birigwo gwona guliba nomusana. Naye erisolyo 23
bweriba ebi, omubirigwo gwona guliba nekizikiza.
Kale omusana oguli mundayo wegubera ekizi-
kiza, ekizikiza ekyo kyenkana wa obunene?
Tewali muntu ainza okuwereza abami ababiri: 24
kuba obanga alikyawa omu, alyagala omulala;
obanga alinyuerera dala kwomu, alinyoma omu-
lala. Temuinza kuwereza Katonda ne mamona.
Kyenva mbagamba nti Temweralikiriranga 25
bulamu bwamwe, nga mulirya ki, mulinywa ki;
newakubade omubiri gwamwe, nga mulyambala
ki. Obulamu tebukira mere, nomubiri tegukira

26 bya kwambala? Mulabe enyonyi ezomubanga,
nga tezisiga, so tezikungula, tezikung'anyiza mu
mawanika; era Kitamwe ali mu gulu azirisa
27 ezo. Mwe temusinga nyo ezo? Ani mumwe
bweyeralikirira, ainza okweyongerako ku buku-
28 lubwe nakasera akamu? Naye ekiberalikiriza
ki ebyokwambala? Mutunulire amalanga ago-
mutale, bwegamera; tegakola mulimu, so tega-
29 langa lugoye: naye mbagamba nga ne Sulemani
mu kitibwakye kyona, teyayambalanga nge-
30 rimu kugo. Naye Katonda bwayambaza bwa-
tyo omudo ogwomutale, oguliwo lero, ne jo
bagusula mu kyoto, talisinga nyo (okwambaza)
31 mwe, abalina okukiriza okutono? Kale temwe-
ralikiriranga nga mwogera nti Tulirya ki? oba
32 tulinywa ki? oba tulyambala ki? Kubanga
ebyo byona amawanga byeganonya; kubanga
Kitamwe ali mu gulu amanyi nga mwetaga
33 ebyo byona. Naye musoke munonye obwaka-
bakabwe nobutukirivubwe; era ebyo byona
34 mulibyongerwako. Kale temweralikiriranga
(bya) jo: kubanga olunaku olwajo lulye-
ralikirira ebyalwo. Olunaku lumu ekibi kyalwo
kirumala.

7.

1 Temusalanga musango, muleme okusalirwa.
2 Kubanga omusango gwemusala gulibasalirwa
namwe. era ekigero kyemugereramu, ekyo
3 kyemuligererwa namwe. Ekikutunuliza ki aka-
ntu akali ku liso lya mugandawo, naye empagi
4 eri ku lisolyo togitunulira? Obanga olimuga-
mba otya mugandawo nti Leka nkugyeko
akantu akali ku lisolyo; naye, laba, empagi
5 ekyali ku lisolyo? Munanfusi gwe, soka

ogyeko empagi ku lisolyo; olyoke olabe bulungi okugyako akantu ku liso lya mugandawo.

Temuwanga mbwa ekintu ekitukuvu, so temu- 6
sulanga lulu zamwe mu maso gembizi, zireme okugalinyirira nebigere byazo, nezikyuka okubaluma.

Musabe, muliwebwa; munonye, muliraba; 7
mweyanjule, muligulirwawo: kubanga buli 8
muntu asaba awebwa; anonya alaba; eye-
yanjula aligulirwawo. Oba muntu ki mumwe, 9
omwanawe bwalimusaba emere, alimuwa ejinja;
oba bwalisaba ekyenyanja, alimuwa omusota? 10
Kale mwe, bwemuli ababi, bwemumanyi oku- 11
bawa abana bamwe ebintu ebirungi, Kitamwe
ali mu gulu talisinga nyo okubawa ebirungi
abamusaba? Kale byona byemwagala abantu 12
okubakolanga mwe, namwe mubakolenga bo
bwemutyo: kubanga ekyo ge Mateka ne Banabi.

Muingire mu muzigo omufunda: kubanga 13
omuzigo mugazi, nekubo erida mu kuzikirira
dene, nabo abaitamu bangi. Kubanga omuzigo 14
mufunda, nekubo erida mu bulamu lya kanyigo,
nabo abaliraba batono.

Mwekume banabi abobulimba, abajira mu 15
byambalo byendiga gyemuli, naye munda gye
misege egisikula. Mulibategerera ku bibala 16
byabwe. Abantu banoga batya ezabibu ku
nkanaga, oba etini ku mwenyango? Bwekityo 17
buli muti omulungi gubala ebibala birungi; naye
omuti omubi gubala ebibala bibi. Omuti omu- 18
lungi teguinza kubala bibala bibi, so nomuti
omubi teguinza kubala bibala birungi. Buli 19
muti ogutabala kibala kirungi bagutema bagu-
sula mu muliro. Kale mulibategerera ku bibala 20
byabwe. Buli muntu ang'amba nti Mukama 21

wange, Mukama wange, siyaliingira mu bwakabaka obwomugulu, wabula akola Kitange ali
22 mu gulu byayagala. Bangi abaling'amba ku lunaku luli nti Mukama wafe, Mukama wafe, tetwalagula mu linyalyo, tetwagoba mizimu mu linyalyo, tetwakola bya magero bingi mu linya-
23 lyo? Nendyoka mbatulira nti Sibamanyangako mwe: muve wendi mwena abakola ebyobujemu.
24 Buli muntu awulira ebigambo byange ebyo, namala abikola, kyaliva afananyizibwa nomusaja
25 owamagezi eyazimba enjuye ku lwazi: enkuba netonya, mukoka nakulukuta, kibuyaga nakunta, nebikuba enju eyo; so netegwa; kubanga yazi-
26 mbibwa ku lwazi. Na buli muntu awulira ebigambo byange ebyo natabikola, alifananyizibwa nomusaja atalina magezi, eyazimba enjuye
27 ku musenyu: enkuba netonya, mukoka nakulukuta, kibuyaga nakunta, nebikuba enju eyo; negwa: nokugwa kwayo kwali kunene.
28 Awo olwatuka Isa bweyamala ebigambo ebyo,
29 ebibina nebyewunya okuigirizakwe: kubanga yabaigiriza nga nanyini buinza, songa si ngabawandisi babwe.

8.

1 Bweyava ku lusozi, ebibina bingi nebimugo-
2 berera. Awo, laba, omugenge namusemberera namusinza, nagamba nti Mukama wange, bwo-
3 yagala, oinza okunongosa. Nagolola omukono, namukwatako, ngagamba nti Njagala; longoka. Amangwago ebigengebye nebirongoka.
4 Isa namugamba nti Laba tobulirako muntu; naye dayo werage eri kabona, omutwalire eki-

tone Musa kyeyalagira, kibere omujulirwa gyebali.

Bweyaingira mu Kaperenaumu, omwami wekitongole Omulumi naja gyali, namwegairira, ngagamba nti Mukama wange, mulenzi wange agalamide mu nyumba akozimbye, abonabona kitalo. Namugamba nti Naja nemuwonya. Omwami wekitongole Omulumi nadamu nagamba nti Mukama wange, sisanira gwe okuingira wansi wakasolya kange: naye yogera kigambo bugambo, mulenzi wange anawona. Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nina baserikale bentwala: bweng'amba oyo nti Genda, agenda: nomulala nti Jangu, aja; nomudu wange nti Kola oti, bwakola. Naye Isa bweyawulira, neyewunya, nabagamba abaita naye nti Dala mbagamba nti Sinalaba kukiriza kunene nga kuno, newakubade mu Isiraeri. Nange mbagamba nti Bangi abaliva ebuvanjuba nebugwanjuba, abalitula awamu ne Ibulaimu, ne Isaka ne Yakobo, mu bwakabaka obwomugulu: naye abana bobwakabaka baligoberwa mu kizikiza ekyebweru: yeriba okukaba nokuluma obujigi. Isa namugamba omwami wekitongole Omulumi nti Kale genda; nga bwokiri'za, kibere gyoli (bwekityo). Omulenzi nawonera mu kisera ekyo.

Isa bweyaingira mu nyumba ya Petero, nalaba nyina mukaziwe ngagalamide alwade omusuja. Namukwata ku mukono, omusuja negumuwonako; nagolokoka, namuwereza. Obudde bwali buwungede, nebamuletera bangi abakwatidwa emizimu: nagoba emizimu nekigambo nabawonya bona abali balwade: ekigambo kitukirire ekyayogerwa nabi Isaya, ngagamba nti

Ye ye nyini yatwala obunafu bwafe, neyetika endwade zafe.

18 Awo Isa bweyalaba ebibina bingi nga bimwetolode, nalagira nti Tuwunguke (tugende) emitala
19 weri. Omuwandisi omu naja, namugamba nti Omuigiriza, naitanga nawe buli gyonogendanga
20 yona. Isa namugamba nti Ebibe birina obunya, nenyonyi ezomubanga (zirina) ebisu; naye Omwana womuntu talina wasa mutwegwe.
21 Omuigirizwawe omulala namugamba nti Mukama wange, soka ondeke ng'ende nzike kitange.
22 Naye Isa namugamba nti Ita nange; leka abafu bazike abafu babwe.
23, 24 Nasabala, abaigirizwa nebagenda naye. Omuyaga mungi neguja mu nyanja, amayengo
25 negayika mu lyato: naye yali yebase. Nebaja gyali nebamuzukusa, nga bagamba nti Mukama
26 wafe, lokola; tufa. Nabagamba nti Kiki ekibatisa, abalina okukiriza okutono? Nalyoka agolokoka, nakoma ku mpewo nenyanja; neteka
27 nyo. Abantu nebewunya, nga bagamba nti Muntu ki ono, empewo nenyanja okumuwulira?
28 Naye bweyatuka emitala weri munsi Yabagadaleni, nebamusisinkana abantu babiri abaliko emizimu, nga bava mu ntana, bakambwe nyo, nga tewali na muntu ainza okuita mu kubo eryo. Laba, nebogerera wagulu nebagamba nti
29 Tuvunana ki fe nawe, Omwana wa Katonda? oze wano kutubonyabonya ngentuko zafe tezi-
30 naba (kutuka?) Waliwo walako newebali ekisibo
31 kyembizi nyingi nga zirya. Emizimu negimwegairira negigamba nti Bwonotugoba, tusindike
32 mu kisibo kyembizi. Nagigamba nti Mugende. Negivako, negigenda mu mbizi: awo, laba, ekisibo kyona nekifubutuka nekiserengetera ku

banga mu nyanja, nezifira mu ma'zi. Nabali 33
bazirunda nebaduka, nebagenda mu kyalo,
nebababulira byona, nebigambo byababadeko
emizimu. Laba, ekyalo kyona nekija okusisi- 34
nkana ne Isa: bwebamulaba, nebamwegairira
okuva mu nsalo zabwe.

9.

NASABALA, nawunguka, natuka mu kyalo 1
kyewabwe. Awo nebamuletera omulwade ako- 2
zimbye, ngagalamizibwa ku kitanda: naye Isa
bweyalaba okukiriza kwabwe, namugamba oyo
akozimbye nti Mwana wange, guma omwoyo,
ebibibyo bikugyidwako. Awo, laba, abawandisi 3
abalala nebogera mu myoyo nti Ono avola
Katonda. Naye Isa bweyamanya ebirowozo 4
byabwe, nagamba nti Kiki ekibalowozesa obu-
bi mu mitima gyamwe? Kubanga ekyangu 5
kiriwa okugamba nti Ebibibyo bikugyidwako,
oba okugamba nti Golokoka otambule? Naye 6
mutegere nga Omwana womuntu alina obuinza
kunsi okugyako ebibi [namugamba oyo akozi-
mbye nti] Inirira, ositule ekitandakyo, odeyo
mu nyumbayo. Nagolokoka, nagenda ewuwe. 7
Naye ebibina bwebyalaba nebitya, nebimugulu- 8
miza Katonda, eyabawa abantu obuinza obwenka-
nide awo.

Isa bweyavayo nalaba omuntu, aitibwa Ma- 9
tayo, ngatude mu gwolezo: namugamba nti
Ita nange. Nagolokoka, naita naye.

Awo olwatuka bweyali ngatude munju ngalya, 10
laba, newaja abawoza bangi, nabantu ababi bangi,
nebatula wamu ne Isa nabaigirizwabe. Abafalisayo 11
bwebalaba, nebagamba abaigirizwabe nti Omuigi-

riza wamwe kiki ekimulisa nabawoza nabantu
12 ababi? Naye bweyawulira, nagamba nti Abalamu
13 tebetaga musawo, wabula abalwade. Naye mugende muige amakulu gekigambo (kino) nti
Njagala kisa, so si sadaka: kubanga saja kubaita
abatukirivu, wabula abantu ababi.
14 Newalyoka waja wali abaigirizwa ba Yokana
nebagamba nti Kiki ekitusibya fe Nabafalisayo
emirundi emingi, naye abaigirizwabo tebasiba?
15 Isa nabagamba nti Abana abomumbaga eyobugole bainza batya okunakuwala awasiza omugole
ngakyali nabo? naye enaku zigenda okuja awasiza omugole lwalibagyibwako, nebalyoka basiba.
16 Tewali muntu atunga ekiwero ekigya mu kyambalo ekikade; kubanga ekyo ekitungibwamu
kiyuza ekyambalo, nekituli kyeyongera okuga-
17 ziwa. So tebafuka mwenge musu mu nsawo
enkade; kubanga bwebakola bwebatyo, ensawo
ziyulika, nomwenge guyika, nensawo zifafagana:
naye bafuka omwenge omusu mu nsawo empya,
byombi birama.
18 Bweyali ngakyabagamba ebigambo ebyo, newaja omwami omu, namusinza, nagamba nti
Muwala wange kakano afude: naye jangu
19 omutekeko omukono, analamuka. Isa nagolo-
20 koka namugoberera, nabaigirizwabe. Awo omukazi eyali alwalide ekikulukuto kyomusai emyaka
kumi nebiri, naja enyumawe, nakoma ku luku-
21 giro lwekyambalokye: kubanga yayogera mu
mwoyogwe nti Bwenakoma obukomi ku kya-
22 mbalokye nawona. Naye Isa bweyakyuka namulaba, nagamba nti Mwana wange, guma
omwoyo; okukirizakwo kukuwonyeza. Omukazi
23 nawona okuva mu kisera ekyo. Isa bweyatuka
munju yomwami oyo, nalaba abafuwa endere,

nekibina nga bakuba ebiwobe, nagamba nti 24
Muvewo: kubanga omuwala tafude, yebase
bwebasi. Nebamusekerera nyo. Ekibina bwe- 25
kyamala okugobebwawo, naingira, namukwata
ku mukono; omuwala nagolokoka. Ebigambo 26
ebyo nebibuna munsi eri yona.

Naye Isa bweyavayo, abazibe bamaso babiri 27
nebamugoberera, nga bogerera wagulu nga ba-
gamba nti Tusasire, gwe omwana wa Daudi.
Bweyatuka munju, abazibe bamaso nebaja 28
gyali: Isa nabagamba nti Mukiriza nga nyinza
okukola kino? nebamugamba nti Wewawo,
Mukama wâfe. Nalyoka akoma ku maso gabwe 29
ngagamba nti Nga bwemukiriza kibere gyemuli
(bwekityo). Amaso gabwe negazibuka. Isa 30
nabakutira ngagamba nti Mulabe tewaba
muntu amanya. Naye nebafuluma, nebabunya 31
ebigambobye munsi eri yona.

Awo bwebali bafuluma nebamuletera kasiru, 32
ngaliko omuzimu. Nagoba omuzimu, kasiru 33
nayogera: ebibina nebyewunya, nebigamba nti
Eda neda tewalabikanga bwekiti mu Isiraeri.
Naye Abafalisayo nebagamba nti Agoba emizi- 34
mu kubwa mukulu wa mizimu.

Isa naitaita mu byalo byona, ebinene 35
nebitono, ngaigiriza mu makung'aniro gabwe,
ngabulira enjiri eyobwakabaka, ngawonya
endwade zona nobunafu bwona. Naye bwe- 36
yalaba ebibina, nabisasira, kubanga bali bakoye
nyo nga basasanye, ngendiga ezitalina musumba.
Nalyoka agamba abaigirizwabe nti Ebyoku- 37
kungula bye bingi, naye abakozi be batono.
Kale musabe Omwami webyokukungula, asindike 38
abakozi mu byokukungulabye.

10.

1 NAITA abaigirizwabe ekumi nababiri, nabawa obuinza ku mizimu emibi, okugigobanga, no-
kuwonyanga endwade zona nobunafu bwona.
2 Naye abatume ekumi nababiri, amanya gabwe ge gano: eyasoka ye Simoni, aitibwa Petero, ne Andereya mugandawe; Yakobo (omwana) wa Zebedayo, ne Yokana muganda-
3 we; Firipo, ne Batolomayo; Tomasi, ne Matayo omuwoza; Yakobo (omwana) wa Alifayo, ne
4 Sadayo; Simoni Omukananayo, ne Yuda Isi-
5 kaliota, ye yamulyamu olukwe. Isa nabatuma abo ekumi nababiri nababulirira, ngagamba nti
Temugendanga mu makubo gabamawanga, so temuingiranga mu byalo Byabasamaliya
6 naye wakiri mugende eri endiga ezabula ezomu-
7 nyumba ya Isiraeri. Bwemubanga mutambula mubulirenga nga mugamba nti Obwakabaka
8 obwomugulu bunatera okutuka. Muwonyenga abalwade, muzukizenga abafu, mulongosenga abagenge, mugobenga emizimu: mwawebwa
9 buwa, namwe muwenga buwa. Temuberanga na zabu, newakubade efeza, newakubade
10 ebikomo mu nkoba zamwe; so nensawo etambula, newakubade ekanzu ebiri, newakubade engato, newakubade omugo: kubanga akola
11 emirimu asanira okuwebwa emereye. Naye buli kyalo kyemunaingirangamu, oba kinene oba kitono, munonyezengamu bwali asana; musulanga omwo okutusa lwemulivayo. Bwe-
12 munaingiranga munju, mugiramusenga. Enju
13 bwesananga, emirembe gyamwe gijenga kuyo: naye bwetasananga, emirembe gyamwe
14 gidenga gyemuli. Era omuntu bwatabase-

mbezanga newakubade okuwulira ebigambo byamwe, bwemuvanga munju eyo oba mu kyalo (ekyo), mukunkumulanga enfufu eyomubigere byamwe. Dala mbagamba nti Eusi ya Sodoma 15
ne Gomola eriba nokubonyabonyezebwa okuligumikirizika ku lunaku olwomusango, okukira ekyalo ekyo.

Laba, nze mbatuma ngendiga wakati mu 16
misege: kale mubanga namagezi ngemisota, era (mubanga) ngamayiba obutaba na bukusa. Naye mwekumanga abantu: kubanga baliba- 17
wayo mu nkiko, ne mu makung'aniro gabwe balibakubiramu; era mulitwalibwa eri abama- 18
saza neri bakabaka okubalanga nze, okuba abajulirwa eri bo nabamawanga. Naye bwebanaba- 19
wangayo, temweralikiriranga nti (Tunagamba) tutya? nti Tunayogera ki? kubanga muliwebwa mu kisera ekyo byemulyogera. Kubanga 20
simwe mwogera, wabula Omwoyo gwa Kitamwe yayogerera mumwe. Owoluganda anawangayo 21
mugandawe okufa, ne kitawe omwana: nabana banajemeranga ababazala, nokuba'sa. Munakya- 22
yibwanga abantu bona okubalanga erinya lyange: naye alinyikira okutuka ku nkomerero, yalirokoka. Bwebabagobanga mu kyalo ekyo, 23
mudukiranga mu kyokubiri: kubanga dala mbagamba nti Temulibunya byalo bya Isiraeri, okutusa Omwana womuntu lwalija.

Omuigirizwa tasinga amuigiriza, so nomudu 24
tasinga mukamawe. Kimumala omuigirizwa 25
okuba ngamuigiriza, nomudu (okuba) nga mukamawe. Obanga bamuise nanyini nju Beerezebuli, tebalisinzawo abo abali mu njuye? Kale temubatyanga: kubanga tewali kigambo 26
ekyabikibwa, ekitalibikulwa; newakubade ekya-

27 kwekebwa, ekitalimanyibwa. Kyembagambira
mu kizikiza, mukyogereranga mu musana:
kyemuwulira mu kutu, mukibuliriranga wagulu
28 ku nyumba. So temubatyanga abata omubiri,
naye nga tebainza kuta bulamu: naye mumu-
tyenga ainza okuzikiririza obulamu nomubiri
29 mu Geyena. Enkazalugya ebiri tebazitu-
ndamu pesa limu? era ne ginazo emu terigwa
30 wansi wabula Kitamwe: naye era henviri zamwe
31 ezokumutwe zabalibwa zona. Kale temutyanga;
32 mwe musinga enkazalugya nyingi. Kale buli
muntu yena alinjatula mu maso gabantu, nange
ndimwatula mu maso ga Kitange ali mu gulu.
33 Naye yena alinegana mu maso gabantu, nange
ndimwegana mu maso ga Kitange ali mu gulu.
34 Temulowoza nti naja kuleta mirembe kunsi:
35 saja kuleta mirembe, wabula ekitala. Kubanga
naja kwawukanya omwana ne kitawe, omuwala
36 ne nyina, omugole ne nyazalawe; abalabe
37 bomuntu (banabanga) ba mu nyumbaye. Aya-
gala kitawe oba nyina okubasinza nze tansanira;
ayagala mutabani oba muwala okubasinza nze
38 tansanira. Naye atakwata musalabagwe nago-
39 berera enyuma wange, tansanira. Alaba obula-
mubwe alibubuza; abuza obulamubwe kulwange
alibulaba.
40 Abakiriza mwe ngakiriza nze, akiriza nze
41 ngakiriza eyantuma. Akiriza nabi mu linya
lya nabi aliwebwa empera ya nabi; naye amu-
kiriza omutukirivu mu linya lyomutukirivu
42 aliwebwa empera yomutukirivu. Era buli
amuwa okunywa omu kwabo abatono olwendo
lwama'zi amanyogovu lwoka, mu linya lyomui-
girizwa, mazima mbagamba nti emperaye
terimubula na katono.

11.

Awo olwatuka Isa bweyamala okulagira abaigirizwabe ekumi nababiri, navayo nagenda okuigiriza nokubulira mu byalo byabwe. 1

Naye Yokana bweyawulirira mu komera ebikolwa bya Masiya, natuma abaigirizwabe, okumugamba nti Gwe wuyo aja oba tulindirire mulala? Isa nadamu nabagamba nti Mudeyo mumutegeze Yokana byemuwulira nebyemulaba: abazibye amaso balaba, nabalema batambula, nabagenge balongosebwa, nabagavu bamatu bawulira, nabafu bazukizibwa, nabanaku babulirwa enjiri. Naye yena alina omukisa atalinesitalako. Nabo bwebagenda, Isa nasoka okwogera nebibina ku Yokana nti Kiki kyemwagenderera mu lukola okutunulira? olumuli olunyenyezebwa nempewo? Naye kiki kyemwagenderera okulaba? omuntu ayambade ezinekaneka? Laba, abambala ezinekaneka baba mu nyumba za bakabaka. Naye kiki kyemwagenderera? okulaba nabi? Wewawo, mbagamba, era asingira dala nabi. Oyo ye yawandikirwa nti 2 3 4 5 6 7 8 9 10

Laba, ntuma omubaka wange mu masogo,
Alikukulembera alirongosa ekubolyo.

Dala mbagamba nti Tevanga mwabo abazalibwa abakazi omuntu asinga Yokana Omubatiza: naye omuto mu bwakabaka obwomugulu asinga ye. Okuva ku biro bya Yokana Omubatiza okutusa lero obwakabaka obwomugulu buwaguzibwa, nabawaguza babunyaga lwa manyi. Kubanga banabi bona Namateka balagula okutusa ku Yokana. Era oba mwagala okukiriza, oyo ye 11 12 13 14

15 Eriya agenda okuja. Alina amatu agokuwulira,
16 awulire. Naye nafananya na ki emirembe gino? Gifanana nabana abato abatula mu butale abaita
17 banabwe, nga bagamba nti Twabafuwira emirere, so namwe temwazina; twabakubira ebiwobe, so
18 temwakaba. Kubanga Yokana yaja nga talya songa tanywa, nebogera nti Aliko omuzimu.
19 Omwana womuntu yaja ngalya nganywa, nebogera nti Laba, omuluvu oyo, era omutamivu, mukwano gwabawoza era ogwabalina ebibi! Era amagezi gawebwa obutukirivu olwebikolwa byago.

20 Nasokera awo okubulirira ebyalo mweyakolera
21 ebyamanyibe ebingi, kubanga tebyenenya. Zirikusanga gwe Kolazini! zirikusanga gwe Besisaida! kubanga ebyamanyi ebyakolerwa mumwe, singa byakolerwa mu Tulo ne Sidoni, singa byenenya da, singa bali mu bibukutu ne muvu.
22 Naye mbagamba nti Ku lunaku olwomusango Tulo ne Sidoni baliba nokubonyabonyezebwa
23 okuligumikirizika okusinga mwe. Nawe, Kaperenaumu, oligulumizibwa okutuka ku gulu? olika emagombe: kubanga ebyamanyi ebyakolerwa mugwe singa byakolerwa mu Sodoma,
24 singa wekiri ne kakano. Naye mbagamba nti Ku lunaku olwomusango ensi Yesodoma eriba nokubonyabonyezebwa okuligumikirizika okusinga gwe.

25 Mu biro ebyo Isa yadamu nagamba nti Nkwebaza, Kitange Mukama wegulu nensi, kubanga wabakisa ebigambo bino abamagezi na-
26 bakabakaba nobibabikulira abana abato: wewawo, Kitange, kubanga bwekityo bwekyasimi-
27 bwa mu masogo. Ebintu byona byankwasibwa Kitange: so tewali muntu amanyi Omwana

wabula Kitawe; so tewali muntu amanyi Kitawe wabula Omwana, na buli muntu Omwana gwayagala okumubikulira. Muje gyendi, mwe 28
mwena abakoye era abazitoweredwa, nange nabawumuza. Mwetike ekikoligo kyange, mui- 29
gire kunze; kubanga ndi mutefu era omuwombefu mu mutima: namwe muliraba ekiwumulo ekyomumyoyo gyamwe. Kubanga ekikoligo 30
kyange si kizibu, nomugugu gwange mwangu.

12.

Awo mu biro ebyo Isa naita mu nimiro ye- 1
ng'ano ku sabiti; abaigirizwabe nebalumwa enjala, nebasoka okunoga ebirimba byeng'ano, nebalya. Naye Abafalisayo, bwebalaba, neba- 2
mugamba nti Laba, abaigirizwabo bakola ekyomuzizo okukolera ku sabiti. Naye nabagamba 3
nti Temusomanga Daudi bweyakola, bweyalumwa enjala, ne beyalinabo; bweyaingira mu 4
nyumba ya Katonda, nalya emigati egyokulaga egyali egyomuzizo obutagirya ye, newakubade beyalinabo, wabula bakabona boka? Nantiki 5
temusomanga mu mateka, bakabona mu yekalu ku sabiti bwebasobya sabiti, so teba'za musango? Naye mbagamba nti ali wano asinga yekalu 6
obukulu. Naye singa mumanyi amakulu ga kino 7
nti Njagala ekisa, so si sadaka, temwandinenyeza abatazi'za musango. Kubanga Omwana womu- 8
ntu ye mukama wa sabiti.

Navayo, naja mu kung'aniro lyabwe: era, 9, 10
laba, mwalimu omuntu eyalina omukono ogukaze. Nebamubuza, nga bagamba nti Kirungi okuwonyeza (omuntu) ku sabiti? era bamuwawabire. 11
Nabagamba nti Ani mumwe, bwaliba nendigaye

emu, nemala egwa mu bunya ku sabiti, ataligi-
12 kwata okugigyamu? Omuntu tasinga nyo
ndiga? Kale kirungi okukola obulungi ku
13 sabiti. Nalyoka amugamba omuntu oyo nti
Golola omukonogwo. Nagugolola; neguwona,
14 neguba ngogwokubiri. Naye Abafalisayo neba-
fuluma, nebamwekobana bwebanamuzikiriza.
15 Isa bweyategera navayo: abantu bangi neba-
16 genda naye; nabawonya bona, nabakomako
17 baleme okumwatikiriza: kitukirire ekyayoge-
rerwa mu Isaya nabi nti

18 Laba mulenzi wange gwenalondamu;
Gwenjagala, ansanyusa ememe yange:
Ndimutekako Omwoyo gwange,
Aligabulira amawanga omusango.
19 Taliyomba, so talirekana;
So tewaliba muntu aliwulira edobozirye mu
ngudo.
20 Olumuli olwatifu talirumenya,
So nenfuzi ezinyoka talizizikiza,
Okutusa lwalisindika omusango okuwangula.
21 Nerinyalye amawanga galirisubira.

22 Awo nebamuletera omuntu aliko omuzimu,
ngazibye amaso nomumwa: namuwonya, oyo
eyali azibye omumwa nayogera nalaba. Ebi-
23 bina nebisamalirira byona, nebyogera nti
24 Ono ye mwana wa Daudi? Naye Abafalisayo
bwebawulira, nebogera nti Oyo tagoba mizimu,
wabula kubwa Beerezebuli omukulu wemizimu.
25 Bweyamanya okulowoza-kwabwe nabagamba
nti Buli bwakabaka bwebwawukana bwoka na
bwoka buzika; na buli kyalo oba nyumba bwe-
26 yawukana yoka na yoka terirwawo: ne Setani
bwagoba Setani ayawukana yeka na yeka; no-
27 bwakabakabwe bulirwawo butya? Obanga nze

ngoba emizimu kubwa Beerezebuli, abana bamwe bagigoba kubwani? kale abo be balibasalira omusango. Naye obanga nze ngoba emizimu Kubwomwoyo gwa Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda bubajide. Oba omuntu ainza atya okuingira munju (yomuntu) owamanyi, nanyaga ebintubye, wabula ngasose kumusiba owamanyi? nalyoka anyaga enjuye. Omuntu atabera nange mulabe wange; era omuntu atakung'anyiza wamu nange asasanya. Kyenva mbagamba nti Abantu balisonyibwa buli kibi nekyokuvola, naye okuvola Omwoyo tekulisonyika. Buli muntu alivola Omwana womuntu alisonyibwa; naye buli muntu alivola Omwoyo Omutukuvu talisonyibwa, newakubade mu mirembe egya kakano, newakubade mu mirembe egigenda okuja. Oba mufule omuti omulungi, nebibala byagwo birungi; oba mufule omuti omubi, nebibala byagwo bibi: kubanga omuti gutegererwa ku bibala byagwo. Mwe abana bemisota, muinza mutya okwogera ebigambo ebirungi nga muli babi? kubanga kwebyo ebijula mu mutima, akamwa byekogera. Omuntu omulungi ebirungi abigya mu terekerolye edungi: nomuntu omubi ebibi abigya mu terekerolye ebi. Era mbagamba nti Buli kigambo ekitalimu abantu kyebogera, balikiwoleza ku lunaku olwomusango. Kubanga ebigambobyo bye birikuwesa obutukirivu, nebigambobyo bye birikusinza omusango.

Awo abawandisi abalala Nabafalisayo nebamudamu nebagamba nti Omuigiriza, twagala otulage akabonero tukalabe. Naye nadamu nabagamba nti Abemirembe emibi era egyobwenzi banonya akabonero: so tebaliwebwa kabonero

40 wabula akabonero ka nabi Yona: kuba nga
Yona bweyamala enaku esatu, emisana nekiro,
mu lubuto lwekyenyanja; bwatyo Nomwana
womuntu bwalimala enaku esatu, emisana ne-
41 kiro, mu mutima gwetaka. Abantu Abenine-
ve baliimirira mu musango wamu nabantu abe-
mirembe gino, era balibasinza omusango: kubanga
Yona bweyababulira nebenenya; era, laba, asinga
42 Yona ali wano. Kabaka omukazi owomubukika
obwadyo aliimirira mu musango wamu nabantu
abemirembe gino, era alibasinza omusango;
kubanga yava ku nkomerero yensi okuwulira
amagezi ga Sulemani; era, laba, asinga Sule-
43 mani ali wano. Naye omuzimu omubi bweguva
mu muntu, gutambula mu nsenyi enkalu, nga
gunonya awokuwumulira, naye wegubulwa.
44 Awo gugamba nti Nadayo mu nyumba yange
mwenava; bwegutukamu, bwegugiraba nga
45 njerere, enyiride, ngerongosebwa. Awo ne-
gugenda, guleterako emizimu emirala musanvu
egigusinga obubi, nagyo bwegiingira gibera
omwo: nebyoluvanyuma ebyomuntu oyo birisi-
nga obubi ebyoluberyeberye. Bwekiriba bwe-
kityo eri abemirembe gino emibi.
46 Bweyali ngakyayogera nebibina, laba, nyina
ne bagandabe bali baimiride bweru, nga bagala
47 kwogera naye. Omuntu namugamba nti Laba,
nyoko ne bagandabo baimiride bweru, bagala
48 kwogera nawe. Naye nadamu namugamba oyo
amubulide nti Ani mange? bani baganda bange?
49 Nagolola omukono eri abaigirizwabe, nagamba
50 nti Laba, mange ne baganda bange! Kubanga
buli akola Kitange ali mu gulu byayagala, ye
muganda wange, ye mwanyinaze, ye mange.

13.

Ku lunaku olwo Isa nafuluma munju, natula ku nyanja. Ebibina bingi nebimukung'anirako, nokusabala nasabala mu lyato, natula; ekibina kyona nekiimirira ku tale. Nayogera nabo bingi mu ngero, ngagamba nti Laba, omusizi yafuluma okusiga; bweyali ngasiga, (ensigo) endala nezigwa ku mabali gekubo, enyonyi nezija nezizirya: endala nezigwa awali enjazi, awatali taka lingi; amangwago nezimera, kubanga tezalina taka gwanvu: enjuba bweyavayo, neziwotokerera; kubanga tezalina mizi, nezikala. Endala nezigwa ku magwa; amagwa negamera, negazizisa: endala nezigwa ku taka edungi, nezibala emere, endala kikumi, endala nkaga, endala makumi asatu. Alina amatu, awulire.

Abaigirizwa nebaja nebamugamba nti Kiki ekikwogeza nabo mu ngero? Nadamu nabagamba nti Mwe muweredwa okumanya ebigambo cbyekyama cbyobwakabaka obwomugulu, naye bo tebaweredwa. Kubanga buli alina, aliwebwa, era alisukirirawo: naye buli atalina, aligyibwako nekyalinakyo. Kyenva njogera nabo mu ngero; kubanga bwebalaba tebalaba, bwebawulira tebawulira, so tebategera. Naye Isaya byeyalagula bibatukiriride, ebyayogera nti

Muliwulira buwulizi, naye temulitegera;
Muliraba bulabi, naye temulyetegereza
Kuba omutima gwabantu bano gusavuwade,
Namatu gabwe gawulira bubi,
Namaso gabwe bagazibye,
Baleme okulaba namaso, nokuwulira namatu,
Nokutegera nomutima,

Nokukyuka,
Nembawonya.

16 Naye amaso gamwe galina omukisa, kubanga
galaba; namatu gamwe, kubanga gawulira.
17 Kubanga mazima mbagamba nti Banabi bangi
nabantu abatukirivu abegombanga okulaba bye-
mutunulira, so tebabiraba; nokuwulira bye-
18 muwulira, so tebabiwulira. Kale mwe muwulire
19 olugero lwomusizi. Buli awulira ekigambo
ekyobwakababaka, nga takitegede, omubi oyo aja,
nakwakula ekisigidwa mu mutimagwe. Oyo
20 ye yasigibwa ku mabali gekubo. Noyo eyasi-
gibwa awali enjazi, yoyo awulira ekigambo,
21 amangwago nakikiriza nesanyu; naye talina
mizi mundaye, naye alwawo katono; bwewabawo
enaku nokuiganyizibwa olwekigambo, amangwa-
22 go yesitala. Noyo eyasigibwa mu magwa, yoyo
awulira ekigambo; nokweralikirira Kwensi,
nobulimba bwobugaga, bizisa ekigambo, naye
23 tabala. Noyo eyasigibwa ku taka edungi, yoyo
awulira ekigambo, nakitegera; abala dala ebi-
bala, omulala aleta kikumi, omulala nkaga,
omulala makumi asatu.

24 Awo nabaletera olugero olulala nayogera nti
Obwakababaka obwomugulu bufananyizibwa no-
muntu eyasiga ensigo enungi mu nimiroye:
25 naye abantu bwebali bebase omulabewe naja
nasigamu eng'ano eyomunsiko mu ng'ano, nage-
26 nda. Naye bweyameruka, bweyayanya, nerabika
27 neng'ano eyomunsiko. Abadube nebaja neba-
mugamba omwami nti Sebo, tewasiga nsigo
nungi mu nimiroyo? kale yali etya okubamu
28 eng'ano eyomunsiko? Nabagamba nti Omulabe
ye yakola atyo. Abadu nebamugamba nti Kale
29 oyagala tugende tugikolemu? Naye nagamba:

nti Neda; mpozi bwemunaba mukolamu eng'ano eyomunsiko, munagyiramu neng'ano. Muleke 30
bikule byombi bitusc amakungula: mu biro
ebyamakungula ndibagamba abakunguzi nti
Musoke mukung'anye eng'ano eyomunsiko, mu-
gisibe emiganda eyokebwe: naye eng'ano mugi-
kung'anyize mu gwanika lyange.

Nabaletera olugero olulala, ngagamba nti 31
Obwakabaka obwomugulu bufanana nakaweke
ka kaladali, omuntu keyadira, nakasiga mu
nimiroye: nako nga ke katono okusinga ensigo 32
zona; naye bwekakula, nekaba kanene okusinga
omudo gwona, nekaba omuti, nenyonyi ezomu-
banga nga zija, nga zibera ku matabi gagwo.

Nabagamba olugero olulala nti Obwakabaka 33
obwomugulu bufanana nekizimbulukusa, omu-
kazi kyeyadira, nakikisa mu bubo busatu obwo-
buta, nokuzimbulukuka nebuzimbulukuka bwo-
na. Ebigambo ebyo byona Isa yabigamba 34
ebibina mu ngero; naye awatali lugero teyaba-
gamba kigambo: kitukirire ekyayogererwa mu 35
nabi, ngagamba nti

Ndyasamya akamwa kange mu ngero;
Ndireta ebigambo ebyakwekebwa okuva ku
kutondebwa Kwensi.

Awo nasibula ebibina, naingira munju: aba- 36
igirizwabe nebaja wali, nebagamba nti Tutegeze
olugero olweng'ano eyomunsiko eyali mu nimiro.
Nadamu nagamba nti Asiga ensigo enungi ye 37
Mwana womuntu; enimiro ye Nsi; ensigo 38
enungi, abo be bana bobwakabaka; neng'ano
eyomunsiko be bana bomubi; omulabe eyagisiga 39
ye Setani: amakungula ye nkomerero yensi,
nabakunguzi be bamalaika. Kale ngeng'ano 40
eyomunsiko bwekung'anyizibwa bweyokebwa mu

muliro; bwekityo bwekiriba ku nkomerero yensi.
41 Omwana womuntu alituma bamalaikabe, nabo baligyamu mu bwakabakabwe ebintu byona ebi-
42 sitaza, nabo abakola obubi, balibasula mu kikomi ekyomuliro: mwe muliba okukaba amaziga no-
43 kuluma obujigi. Awo abantu abatukirivu balimasamasa ngenjuba mu bwakabaka bwa Kitabwe. Alina amatu, awulire.
44 Obwakabaka obwomugulu bufanana nekyobugaga ekyakisibwa mu lusuku; omuntu nakiraba, nakikweka; nolwesanyulye nagenda natunda byalinabyo byona, nagula olusuku olwo.
45 Nate, obwakabaka obwomugulu bufanana no-
46 muntu omutunzi anonya erulu enungi: bweyalaba erulu emu eyomuwendo omungi, nagenda natunda byalinabyo byona, nagigula.
47 Nate, obwakabaka obwomugulu bufanana nekiragala, kyebasula mu nyanja, nekikung'anya
48 (ebya) buli ngeri: bwekyajula, nebakiwalulira ku tale; nebatula, nebakung'anyiza ebirungi mu
49 nkanga, ebibi nebabisula. Bwekityo bwekiriba ku nkomerero yensi: bamalaika balija, balya-
50 wulamu abantu ababi mu batukirivu, balibasula mu kikomi ekyomuliro. mwe muliba okukaba amaziga nokuluma obujigi.
51 Mubitegede ebigambo bino byona? Neba-
52 mugamba nti Wewawo Nabagamba nti Buli muwandisi eyaigirizibwa ebyobwakabaka obwomugulu, kyava afanana nomuntu alina enyumbaye, agya mu terekerolye ebintu ebigya nebikade.
53 Awo olwatuka Isa bweyamala engero zino,
54 navayo. Bweyatuka munsi yewabwe nabaigiriza mu kung'aniro lyabwe, nokuwunikirira nebawunikirira, nebagamba nti Ono yagagya wa

amagezi gano, nebyamanyi bino? Ono siye 55
mwana womuba'zi? nyina si gwebaita Malyamu?
ne bagandabe Yakobo, ne Yusufu, ne Simoni,
ne Yuda? Ne banyina bona tebali wafe? Kale 56
ono yagya wa ebigambo bino byona? Neba- 57
munyigira. Naye Isa nabagamba nti Nabi
tabulwa kitibwa, wabula munsi yewabwe, ne mu
nyumba yewabwe. So teyakolayo bya magero 58
bingi olwobutakiriza bwabwe.

14.

Mu biro biri Kerode owesaza nawulira etu- 1
tumu lya Isa, nabagamba abadube nti Oyo ye 2
Yokana Omubatiza; azukide mu bafu; era
ebyamanyi bino kyebiva bikolera muye. Ku- 3
banga Kerode yali amukute Yokana, namusiba,
namuteka mu komera olwa Kerodiya, mukazi wa
Firipo mugandawe. Kubanga Yokana yamu- 4
gamba nti Kya muzizo gwe okubera naye.
Bweyali ayagala okumuta, natya abantu, ku- 5
banga bamulowoza nga ye nabi. Bwerwatuka 6
olunaku (olwokujukira) amazalibwa ga Kerode,
omuwala wa Kerodiya nazina mu maso gabwe,
nasanyusa Kerode. Awo nalaira nasubiza oku- 7
muwa kyona kyona kyanasaba. Naye, bwe- 8
yawererwa nyina, nagamba nti Mpera wano
mu lutiba omutwe gwa Yokana Omubatiza. Ka- 9
baka nalumwa; naye olwebirairobye, nolwabo
abali batude nga balya naye, nalagira okugu-
muwa; natuma, namutemako Yokana omutwe 10
mu komera. Nebaleta omutwegwe mu lutiba, 11
nebagumuwa omuwala nagutwalira nyina.
Abaigirizwabe nebaja, nebagusitula omulambo, 12
nebamuzika; nebagenda nebabulira Isa

13 Awo, Isa bweyawulira, navirayo mu lyato,
(nagenda) awali olukola kyama: ebibina bwe-
byawulira, nebiva mu byalo nebimugoberera
14 (nga biita) ku lukalu. Navawo, nalaba ekibina
kinene, nabasasira, nawonya abalwade babwe.
15 Bwebwawungera, abaigirizwa nebaja wali, neba-
gamba nti Wano lukola, obude buise nyo;
sibula abantu, bagende mu byalo, begulire
16 emere. Naye Isa nabagamba nti Tewali kiba-
17 'zayo; mwe mubawe ebyokulya. Nebamugamba
nti Tetulina (kintu) wano wabula emigati etano,
18 nebyenyanja bibiri. Nagamba nti Mubindetere
19 wano. Nalagira ebibina okutula ku subi;
natwala emigati etano nebyenyanja bibiri, na-
tunula wagulu mu gulu, neyebaza, namenyamu
emigati nagibawa abaigirizwa, abaigirizwa (ne-
20 bagabira) ebibina. Nebalya bona, nebakuta:
nebakung'anya obukunkumuka obwasigalawo,
21 ebibo kumi na bibiri ebyajula. Nabo abalya
bali abasaja ngenkumi tano, abakazi nabana
obutabasako.

22 Amangwago nabawaliriza abaigirizwa okusa-
bala, bamukulembere (okugenda) emitala weri,
23 amale okusibula ebibina. Bweyamala okusibula
ebibina, nalinya ku lusozi yeka okusaba: obude
24 bwebwawungera, yaliyo bwomu. Naye eryato
lyali limaze okutuka mu buziba, nga lyesunda
namayengo, kubanga omuyaga gwabafuluma
25 mu maso. Awo ekiro mu kisisimuka ekyokuna
26 naja gyebali, ngatambula ku nyanja. Abaigi-
rizwa bwebamulaba ngatambula ku nyanja,
neberalikirira, nebagamba nti Muzimu guno;
27 nebekanga nga batya. Amangwago Isa nayo-
gera nabo, nagamba nti Mudemu omwoyo: nze
28 nzuno; temutya. Petero namudamu nagamba

nti Mukama wange, obanga gwe wuyo, ndagira
njije gyoli ku ma'zi. Nagamba nti Jangu. 29
Petero nava mu lyato, natambulira ku ma'zi,
okugenda eri Isa. Naye, bweyalaba omuyaga, 30
natya: natanula okusanawo, nakaba, nagamba
nti Mukama wange, ndokola. Amangwago Isa 31
nagolola omukono, namukwata, namugamba nti
Gwe alina okukiriza okutono, kiki ekikubusizabu-
siza? Bwebalinya mu lyato, omuyaga negu- 32
gwawo. Nabo abali mu lyato nebamusinza, nga 33
bagamba nti Mazima oli Mwana wa Katonda.

Bwebamala okuwunguka, nebatuka ku lukalu 34
Olwegenesaleti. Abantu bayo bwebamumanya, 35
nebatuma munsi eyo yona eriranye, nebamule-
tera bona abalwade; nebamwegairira bakomeko 36
bukomi ku lukugiro lwekyambalokye: bona
abakomako nebawonyezebwa dala.

15.

Awo nebaja eri Isa Abafalisayo nabawandisi 1
abava mu Yerusalemi, nga bagamba nti Aba- 2
igirizwabo kiki ekibononyesa (empisa) zetwa-
webwa abakade? kubanga tebanaba mu ngalo
nga balya emere. Nadamu nabagamba nti 3
Namwe kiki ekibononyesa eteka lya Katonda
(olwempisa) zemwawebwa? Kubanga Katonda 4
yagamba nti Obasangamu ekitibwa kitawo ne
nyoko: nate nti Avumanga kitawe oba nyina,
bamutanga busi. Naye mwe mugamba nti 5
Buli alimugamba kitawe oba nyina nti Kyona
kyenandikuwade okukugasa, nkiwade (Katonda),
alireka okumusamu ekitibwa kitawe. Mwadibya 6
ekigambo kya Katonda (olwempisa) zamwe ze-
mwawebwa. Mwe bananfusi, Isaya yalagula 7
bulungi kumwe, ngagamba nti

8 Abantu bano banzisamu ekitibwa kya ku
mimwa;
Naye omutima gwabwe gundi wala.
9 Naye bansinziza bwerere,
Nga baigiriza amateka gabantu nga bye byo-
kukwata.
10 Naita ekibina, nabagamba nti Muwulire, mute-
11 gere: ekiingira mu kamwa sikye kimwonona
omuntu; naye ekiva mu kamwa, ekyo kye
12 kimwonona omuntu. Awo abaigirizwa nebaja,
nebamugamba nti Omanyi Abafalisayo nga
13 banyiga, bwebawulira ekigambo ekyo? Naye
nadamu nagamba nti Buli kisimbe Kitange owo-
14 mugulu kyatasimba, kirisimbulibwa. Mubaleke:
be basale abatalaba. Naye omuzibe wamaso
bwakulembera muzibe mune, bombi baligwa mu
15 bunya. Petero nadamu namugamba nti Tute-
16 geze olugero. Naye nagamba nti Era namwe
17 temunaba kuba na magezi? Temutegera nti
buli ekiingira mu kamwa kigenda mu lubuto,
18 nekisulibwa mu kiigo? Naye ebifuluma mu
kamwa biva mu mutima; nebyo bye bimwonona
19 omuntu. Kubanga mu mutima mwe muva
ebirowozo ebibi, obusi, obwenzi, obukaba, obu'bi,
20 okuwairiza, okuvuma: ebyo bye bimwonona
omuntu: naye okulya nga tanabye mu ngalo
tekumwonona muntu.
21 Isa navayo, nagenda ku njuwi Zetulo Nesi-
22 doni. Awo, laba, omukazi Omukanani nava
ku nkingi eyo, nayogerera wagulu ngagamba nti
Onsasire, Mukama wange, omwana wa Daudi;
23 muwala wange alwade nyo omuzimu. Naye
natamudamu kigambo. Abaigirizwabe nebaja
nebamwegairira, nga bagamba nti Musibule;
24 kubanga atulekanira emabega. Naye nadamu

nagamba nti Satumibwa wabula eri endiga
ezabula ezomunyumba ya Isiraeri. Naye naja 25
namusinza, ngagamba nti Mukama wange,
mbera. Nadamu nagamba nti Si kirungi 26
okudira emere yabana nokugisulira obubwa.
Naye nagamba nti Wewawo, Mukama wange: 27
kubanga nobubwa bulya obukunkumuka obugwa
mu diro lya bakama babwo. Isa nalyoka adamu 28
namugamba nti Gwe omukazi, okukirizakwo
kunene: kibere gyoli nga bwoyagala. Muwa-
lawe nawona okuva mu kisera ekyo.

Isa navayo, naja ku tale lyenyanja Yegaliraya; 29
nalinya ku lusozi, natula okwo. Ebibina bingi 30
nebija gyali, nga birina abawenyera, nabazibe
bamaso, ne bakasiru, nabalema, nabalala bangi,
nebabasa awali ebigerebye; nabawonya: ekibina 31
nokwewunya nebewunya, bwebalaba bakasiru
nga bogera, abalema nga balamu, abawenyera
nga batambula, nabazibe bamaso nga balaba:
nebamugulumiza Katonda wa Isiraeri.

Isa naita abaigirizwabe, nagamba nti Mbasa- 32
sira abantu, kubanga lero bakamala nange enaku
satu nga tebalina kya kulya: nokubasibula nga
balina enjala sagala, wozi banafira mu kubo.
Abaigirizwa nebamugamba nti Tunagya wa 33
emigati emingi bwegiti mu lukola, okukusa
ekibina ekinene ekyenkana wano? Isa naba- 34
gamba nti Mulina emigati emeka? Nabagamba
nti Musanvu, nebyenyanja ebitono si bingi.
Nalagira ekibina okutula wansi; natola emigati 35
musanvu nebyenyanja; neyebaza namenyamu 36
nabawa abaigirizwa, abaigirizwa (nebagabira)
ebibina. Nebalya bona, nebakuta nebaku- 37
ng'anya obukunkumuka obwasigalawo, ebiscro
musanvu ebyajula. Nabo abalya bali abasaja 38

39 enkumi nya, abakazi nabana obutabasako. Nasibula ebibina, nasabala mu lyato, naja ku nkingi Yemagadani.

16.

1 Abafalisayo Nabasadukayo nebaja, nebamukema nebamusaba okubalaga akabonero (aka-
2 va) mu gulu. Naye nadamu nabagamba nti Webuba akawungezi, mugamba nti (Bunaba)
3 bulungi: kubanga egulu limyuse. Nenkya nti (Wanaba) muyaga lero: kubanga egulu limyuse libindabinda. Mumanyi okwawula egulu bwerifanana; naye temuinza (kwawula) bubonero
4 bwa biro? Abemirembe emibi era egyobwenzi banonya akabonero; so tebaliwebwa kabonero, wabula akabonero ka Yona. Nabaleka, nagenda.
5 Abaigirizwa nebaja emitala weri, neberabira
6 okutwala emigati. Isa nabagamba nti Mutunulire mwekume ekizimbulukusa Ekyabafalisayo
7 Nabasadukayo. Nebawakana boka na boka, nga bagamba nti (Kubanga) tetulese migati.
8 Isa namanya nagamba nti Mwe abalina okukiriza okutono, kiki ekibawakanya mweka na
9 mweka kubanga temulina migati? Temunaba kutegera, so temujukira migati etano eri (abo) enkumi etano, nebibo bwebyali byemwakung'a-
10 nya? Era emigati omusanvu eri (abo) enkumi enya, nebisero bwebyali byemwakung'anya?
11 Ekibalobede ki okutegera nti sibagambiride lwa migati? Naye mwekume ekizimbulukusa Ekya-
12 bafalisayo Nabasadukayo. Nebalyoka bategera nti tagambye kwekuma kizimbulukusa kya migati, wabula okuigiriza Kwabafalisayo Nabasadukayo.

Awo, Isá bweyaja ku njuwi Zekaisaliya kya 13
Firipo, nababuza abaigirizwabe, ngagamba nti
Omwana womuntu abantu bamuita batya?
Nebagamba nti Abalala bamuita Yokana Omu- 14
batiza; abalala nti Eriya: abalala nti Yeremiya,
obanga omu ku banabi. Nabagamba nti 15
Naye mwe mumpita mutya? Simoni Petero 16
nadamu nagamba nti Gwe Masiya, Omwana wa
Katonda omulamu. Isa nadamu namugamba 17
nti Olina omukisa, Simoni Ba-Yona: kubanga
omubiri nomusai tebyakubikulira ekyo, wabula
Kitange ali mu gulu. Nange nkugamba nti 18
Gwe Petero, nange ndizimba ekanisa yange ku
lwazi luno: so nemiryango egyemagombe
tegirigiinza. Ndikuwa ebisumuluzo byobwa- 19
kabaka obwomugulu: kyona kyona kyolisiba
kunsi kirisibibwa mu gulu: kyona kyona kyoli-
sumulula kunsi kirisumululibwa mu gulu. Awo 20
nakutira abaigirizwa baleme okubulirako
omuntu nti ye Masiya.

Isa nasokera awo okubulira abaigirizwabe nti 21
kimugwanira okugenda Eyerusalemi, okubonya-
bonyezebwa enyo abakade ne bakabona abakulu
nabawandisi, noku'tibwa, ne ku lunaku olwo-
kusatu okuzukizibwa. Petero namutwala, 22
natanula okumubulirira, ngagamba nti Neda,
Mukama wange: ekyo tekirikubako na katono.
Nakyuka, namugamba Petero nti Da enyuma 23
wange, Setani oli nkonge gyendi: kubanga
tolowoza bya Katonda, wabula ebyabantu. Awo 24
Isa nabagamba abaigirizwabe nti Omuntu bwa-
yagala okuja enyuma wange, yegane yeka,
yetike omusalabagwe, angoberere. Kubanga 25
buli ayagala okulokola obulamubwe alibubuza:
na buli alibuza obulamubwe kulwange alibulaba.

26 Kubanga omuntu kulimugasa kutya, okulya Ensi yona, naye ngafiridwa obulamubwe? oba omuntu aliwayo ki kununula obulamubwe?
27 Kubanga Omwana womuntu agenda kujira mu kitibwa kya Kitawe ne bamalaikabe; nalyoka
28 amusasula buli muntu nga bweyakola. Dala mbagamba nti Waliwo ku bano abaimiride wano, abatalirega ku kufa na katono, okutusa lwebaliraba Omwana womuntu ngaja mu bwakabakabwe.

17.

1 Enaku omukaga bwezaitawo Isa natwala Petero ne Yakobo ne Yokana mugandawe, nabalinyisa ku lusozi oluwanvu boka: nafusibwa
2 mu maso gabwe: amasoge negamasamasa ngenjuba, ebyambalobye nebitukula ngomu-
3 sana. Laba, Musa ne Eriya nebabalabikira
4 nga bogera naye. Petero nadamu namugamba Isa nti Mukama wange, kirungi fe okubera wano: bwoyagala, nazimba wano ensisira satu; emu yiyo, nendala ya Musa, nendala ya Eriya.
5 Bweyali ngakyayogera, laba, ekire ekimasamasa nekibasikiriza: laba, edobozi neriva mu kire, nga ligamba nti Ono ye Mwana wange gwenja-
6 gala, gwensanyukira enyo; mumuwulire. Abaigirizwa bwebaliwulira, nebagwa nga bevunise,
7 nebatya nyo. Isa naja nabakomako nagamba nti
8 Muimuke, temutya. Nebaimusa amaso gabwe, nebatalaba muntu, wabula Isa yeka.
9 Bwebali nga baka ku lusozi, Isa nabalagira ngagamba nti Temubulirako muntu byemwolesebwa, okutusa Omwana womuntu lwalimala
10 okuzukira mu bafu. Abaigirizwabe nebamu-

buza, nebagamba nti Kale kiki ekibagambya
abawandisi nti Eriya kimugwanide okusoka
okuja? Nadamu nagamba nti Eriya aja dala, 11
alirongosa byona: naye mbagamba nti Eriya 12
amaze okuja, nabo tebamumanya, naye bamu-
kola bwebayagala. Bwatyo Nomwana womuntu
alibonyabonyezebwa bo. Awo abaigirizwa neba- 13
tegera nti yayogera nabo ku Yokana Omubatiza.

Bwebatuka eri ekibina, omuntu naja gyali, 14
namufukamirira, ngagamba nti Mukama wange, 15
musasire omwana wange: kubanga agwa ensi-
mbu, zimubonyabonya nyo: kubanga emirundi
mingi ngagwa mu muliro, era emirundi mingi
mu ma'zi. Nemuletera abaigirizwabo, nebata- 16
inza kumuwonya. Isa nadamu nagamba nti 17
Mwe abemirembe egitakiriza emikyamu, nditusa
wa okubera namwe? nditusa wa okubagumiki-
riza? mumundetere wano. Isa namubogolera; 18
omuzimu negumuvako: omulenzi nawona okuva
mu kisera ekyo. Awo abaigirizwa nebaja eri 19
Isa kyama, nebagamba nti Kiki ekitulobede fe
okuinza okugugoba? Nabagamba nti Olwokuki- 20
riza kwamwe okuba okutono: kubanga dala
mbagamba nti Singa mulina okukiriza okwe-
nkana ngakaweke ka kaladali, bwemuligamba
olusozi luno nti Vawo wano genda wali; singa 21
lugenda; so singa tewali kigambo kyemutainza.

Bwebali nga bakyatude Egaliraya, Isa naba- 22
gamba nti Omwana womuntu agenda kuwe-
bwayo mu mikono gyabantu; balimu'ta, ne 23
ku lunaku olwokusatu alizukizibwa. Nebana-
kuwala nyo.

Bwebatuka Ekaperenaumu, abantu abasoloza 24
ediderakima nebaja eri Petero, nebagamba nti
Mukama wamwe tawa diderakima? Nagamba

25 nti Awa. Bweyaingira munju, Isa namusoka
ngagamba nti Olowoza otya, Simoni? Bakabaka
bensi bawoza oba basoloza bantu ki? bana
26 babwe nantiki banagwanga? Nagamba nti
Banagwanga. Isa namugamba nti Kale abana
27 ba dembe. Naye, tuleme okubasitaza, genda
ku nyanja, osule edobo, onyule ekyenyanja
ekinasoka okubulukuka; bwonoyasamya aka-
mwa kakyo, onolabamu esitateri: otwale eyo,
ogibawe kubwange ne kububwo.

18.

1 Mu kisera ekyo abaigirizwa nebaja eri Isa,
nebagamba nti Kale ani omukulu mu bwaka-
2 baka obwomugulu? Naita omwana omuto,
namuimiriza wakati wabwe, nagamba nti
3 Mazima mbagamba nti Bwemutakyuka, okufuka
4 ngabana abato, temuliingira na katono mu
bwakabaka obwomugulu. Kale buli eyewo-
mbeka ngomwana ono omuto, ye mukulu mu
5 bwakabaka obwomugulu. Na buli alisembeza
omwana omuto omu ngono mu linye lyange
6 ngasembezeza nze: naye alyesitaza kwabo
abato bano abanzikiriza, wakiri asibibwe mu
bulago olubengo olunene, balyoke bamusule mu
7 buziba bwenyanja. Zirigisanga Ensi olwebiga-
mbo ebisitaza! Kubanga ebisitaza tebirirema
kuja; naye zirimusanga omuntu oyo aleta
8 ekisitaza! Obanga omukonogwo oba kugulu-
kwo nga kukwesitaza, kutemeko, okusule wala:
kye kirungi oingire mu bulamu ngobuzeko
omukono oba kugulu, okusinga okusulibwa mu
muliro ogwemirembe nemirembe, ngolina emi-
9 kono gyombi oba magulu gombi. Era obanga

crisolyo nga likwesitaza, ligyemu, olisule wala: kye kirungi oingire mu bulamu ngoli wa tulu, okusinga okusulibwa mu geyena eyomuliro, ngolina amaso gombi. Mulabe temunyomanga omu kwabo abato bano; kubanga mbagamba nti mu gulu bamalaika babwe batunulira enaku zona amaso ga Kitange ali mu gulu. Kubanga Omwana womuntu yaja okulokola ekyabula. Mulowoza mutya? Omuntu bwaba nendigaze ekikumi, emu kuzo bwebula, taleka ziri ekyenda mwomwenda, nagenda ku nsozi, nanonya eyo ebuzeko? Era bwabanga agirabye, mazima mbagamba nti agisanyukira eyo okusinga ziri ekyenda mwomwenda ezitabuze. Bwekityo tekyagalibwa mu maso ga Kitamwe ali mu gulu, omu kwabo abato bano okuzikirira.

Mugandawo bwakukola obubi, genda, omubulirire gwe naye mweka: bwakuwulira, ngomufunye mugandawo. Naye bwatawulira, twala omulala nawe oba babiri, era mu kamwa kajabulirwa ababiri oba basatu buli kigambo kikakate. Era bwagana okuwulira abo, bulira ekanisa: era bwagana okuwulira nekanisa, abere gyoli nga munagwanga era omuwoza. Mazima mbagamba nti Byona byemulisiba kunsi birisibibwa mu gulu: era byona byemulisumulula kunsi birisumululibwa mu gulu. Nate mbagamba nti Oba banamwe babiri bwebetabanga kunsi buli kigambo kyona kyebalisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu gulu. Kubanga webaba ababiri oba basatu nga bakung'anye mu linya lyange, nange ndi awo wakati wabwe.

Awo Petero naja, namugamba nti Mukama wange, muganda wange bwanyononanga, namu-

sonyiwanga emirundi emeka? okutusa emirundi
22 musanvu? Isa namugamba nti Sikugamba
nti Okutusa emirundi musanvu; naye nti
Okutusa emirundi ensanvu emirundi omusanvu.
23 Obwakabaka obwomugulu kyebuva bufananyizi-
bwa nomuntu (eyali) kabaka, eyayagala okubala
24 omuwendo nabadube. Bweyasoka okubala,
nebamuletera omu, gwabanja etalanta akakumi.
25 Naye kubanga teyalina kya kusasula, mukamawe
nalagira okumutunda, ne mukaziwe, nabanabe,
26 nebintu byona byalinabyo, ebanja ligwe. Awo
omudu nagwa wansi namusinza, ngagamba nti
Mukama wange, manja mpola, nange ndikusa-
27 sula byona. Mukama womudu oyo namusasira,
28 namuta, namusonyiwa ebanja. Naye omudu
oyo nafuluma, nasanga mudu mune, gweyali
abanja edinali ekikumi: namukwata, namugwa
mu bulago, ngagamba nti Sasula ebanja lyange.
29 Awo mudu mune nagwa wansi namwegairira,
ngagamba nti Manja mpola, nange ndikusasula.
30 Natayagala: naye nagenda namuteka mu
31 komera, amale okusasula ebanja. Awo badu banc
bwebalaba bwebibade, nebanakuwala nyo, neba-
genda nebamubulira mukama wabwe ebigambo
32 byona ebibadeyo. Awo mukamawe namuita
33 namugamba nti Gwe omudu omubi, nakusonyi-
wa ebanja liri lyona, kubanga wanegairira: nawe
tekikugwanide kusasira mudu muno, nga nze
34 bwenakusasira gwe? Mukamawe nasunguwala,
namuwa mu bambowa, amale okulisasula ebanja
35 lyona. Bwatyo Kitange ali mu gulu bwalibakola,
bwemutasonyiwa mu mitima gyamwe buli
muntu mugandawe.

19.

Awo olwatuka Isa bweyamala ebigambo ebyo, 1
nava Egaliraya, naja ku nkingi Yebuyudaya
emitala wa Yolidani; ebibina ebinene nebimu- 2
goberera; nabawonyeza eyo.

Abafalisayo nebaja gyali, nebamukema, nga 3
bagamba nti Omuntu ainza okugoba mukaziwe
okumulanga buli kigambo? Nadamu nagamba 4
nti Temusoma nti oyo eyabakola oluberyeberye
nga yabakola omusaja nomukazi, nagamba nti
Omuntu kyaliva aleka kitawe ne nyina, yetabe 5
ne mukaziwe; nabo bombi baliba omubiri gumu;
obutaba babiri nate, naye omubiri gumu? Kale 6
Katonda kyeyagata awamu, omuntu tayawula-
nga. Nebamugamba nti Kale, Musa ekyamula- 7
giza ki okumuwa ebaluwa eyokwawukana,
alyoke amugobe? Nabagamba nti Olwobuka- 8
kanyavu bwemitima gyamwe Musa kyeyava
akiriza mugobenga bakazi bamwe: naye okuva
ku luberyeberye tekyali bwekityo. Era mba- 9
gamba nti Buli anagobanga mukaziwe, wabula
(okumulanga) ogwobwenzi nawasa omulala,
ngayenze: naye awasa eyagobebwa ngayenze.
Abaigirizwa nebamugamba nti Ebigambo ebyo- 10
musaja ne mukaziwe bwebiba bwebityo, si
kirungi okuwasa. Nabagamba nti Abantu bona 11
tebainza kukiriza kigambo ekyo, wabula aba-
kiwebwa. Kubanga waliwo abalawe abazalibwa 12
bwebatyo okuva mu mbuto za banyabwe; waliwo
nabalawe abalayibwa abantu: waliwo nabalawe,
aberawa boka olwobwakabaka obwomugulu.
Ainza okukikiriza, akikirize.

Awo nebamuletera abana abato, abaseko emi- 13

14 konogye, asabe: abaigirizwa nebabajunga. Naye
Isa nagamba nti Mubaleke abana abato, temu-
bagana kuja gyendi: kubanga (abali) ngabo
15 obwakabaka obwomugulu bwe bwabwe. Naba-
sako emikono, navayo.
16 Laba, omuntu naja gyali nagamba nti Mukama
wange, ndikola kigambo ki ekirungi, mbere
17 nobulamu obutagwawo? Namugamba nti Kiki
ekikumbuzisa ekyekigambo ekirungi? Omulu-
ngi ali Omu: naye bwoyagala okuingira mu bu-
18 lamu, wuliranga amateka. Namugamba nti
Galiwa? Isa nagamba nti Totanga, Toyenda-
19 nga, Tobanga, Towairizanga, Obasangamu ekiti-
bwa kitawo ne nyoko: era, Yagalanga mulira-
20 nwawo nga bweweyagala weka. Omulenzi na-
mugamba nti Ebyo byona nabikwata: ekimpe-
21 buseko ki ate? Isa namugamba nti Bwoyagala
okuba eyatukirira, genda otunde ebibyo, obaga-
bire abavu, oliba nobugaga mu gulu: olyoke oje,
22 ongoberere. Omulenzi bweyawulira ekigambo
ekyo, nagenda nganakuwade: kubanga yali alina
obugaga bungi.
23 Isa nabagamba abaigirizwabe nti Mazima
mbagamba nti Kizibu omuntu omugaga oku-
24 ingira mu bwakabaka obwomugulu. Era nate
mbagamba nti Kwangu engamira okuita mu
nyindo yempiso, okukira omugaga okuingira mu
25 bwakabaka bwa Katonda. Abaigirizwa bweba-
wulira nebewunya nyo, nga bagamba nti Kale
26 ani ainza okulokolebwa? Isa nabatunulira naba-
gamba nti Mu bantu ekyo tekiinzika; naye
27 Katonda ainza byona. Awo Petero nadamu
namugamba nti Laba, fe twaleka byona, netu-
28 kugoberera; kale tuliba naki? Isa nabagamba
nti Mazima mbagamba nti Mwe abangoberera,

mu mazalibwa agokubiri Omwana womuntu bwalitula ku ntebe eyekitibwakye, namwe mulitula ku ntebe ekumi nebiri, nga musalira omusango ebika ekumi nebibiri ebya Isiraeri. Na buli muntu yena eyaleka enyumba, oba boluganda, oba banyina, oba kitawe, oba nyina, oba bana, oba byalo, olwerinya lyange, aliwebwa emirundi kikumi, era alisikira obulamu obutagwawo. Naye bangi aboluberyeberye abaliba aboluvanyuma; naboluvanyuma abaliba aboluberyeberye. Kubanga obwakabaka obwomugulu bufanana omuntu alina enyumbaye, eyakera enkya okugulirira abalimi (balime) mu lusukulwe olwemizabibu. Bweyamala okulagana nabalimi edinali eyolunaku olumu, nabasindika mu lusukulwe olwemizabibu. Nafuluma esawa nga ziri satu, nalaba abalala nga baimiride mu katale nga tebaliko kyebakola; nabo nabagamba nti Namwe mugende mu lusuku olwemizabibu, nange nabawera ekinatuka. Nebagenda. Nafuluma nate esawa nga ziri mukaga, era nomwenda, nakola bwatyo. Nafuluma (esawa) nga ziri kumi nemu, nasanga abalala nga baimiride; nabagamba nti Kiki ekibaimiriza wano obude okuziba nga temuliko kyemukola? Nebamugamba nti Kubanga tewali muntu eyatuguliride. Nabagamba nti Namwe mugende mu lusuku olwemizabibu. Obude bwebwawungera, omwami wolusuku olwemizabibu namugamba omukozawe nti Baite abalimi, obawere empera, osokere ku boluvanyuma, okutusa ku boluberyeberye. Nabomusawa ekumi nemu bwebaja, nebawebwa buli muntu edinali emu. Nabo abasoka bwebaja, nebalowoza nti banawebwa okukirawo; naye nabo nebawebwa buli muntu edinali emu. Bwebagiwebwa,

12 nebamwemulugunyiza omwami, nga bagamba
nti Bano aboluvanyuma bakolede esawa emu,
nobenkanya nafe, abateganye enkya nesana nga
13 litwokya. Naye nadamu namugamba omu kwabo
nti Munange, sikukoze bubi: tewalaganye nange
14 edinali emu? Twala eyiyo, ogende; njagala
15 okumuwa ono owoluvanyuma nga gwe. Siinza
kukola byange nga bwenjagala? oba erisolyo
16 bi kubanga nze ndi mulungi? Bwebatyo abo-
luvanyuma baliba aboluberyeberye, naboluberye-
berye baliba aboluvanyuma.

17 Isa bweyali ngayambuka (okugenda) Eyeru-
salemi, natwala abaigirizwa ekumi nababiri
18 kyama, nabagambira mu kubo nti Laba, twa-
mbuka (tugenda) Eyerusalemi; Nomwana wo-
muntu aliwebwayo mu bakabona abakulu naba-
wandisi; nabo balimusalira omusango okumuta,
19 era balimuwayo mu Bamawanga okumudulira,
nokumukuba, nokumukomerera: nalyoka azu-
kizibwa ku lunaku olwokusatu.

20 Awo nyina wabana ba Zebedayo naja gyali,
21 nabanabe, namusinza, namusaba ekigambo. Na-
mugamba nti Oyagala ki? Namugamba nti
Lagira abana bange bano bombi batule, omulala
ku mukonogwo ogwadyo, nomulala ku mukono-
22 gwo ogwa kono, mu bwakabakabwo. Naye Isa
nadamu nagamba nti Temumanyi kyemusaba.
Muinza okunywa ku ndeku nze gyeng'enda oku-
23 nywako? Nebamugamba nti Tuinza. Naba-
gamba nti Ku ndeku yange mulinywerako dala:
naye okutula ku mukono gwange ogwadyo, ne
ku mukono ogwa kono, sinze nkugaba, wabula
24 eri abo Kitange beyakuterekera. Na bali ekumi
bwebawulira, nebanyigira aboluganda ababiri.
25 Naye Isa nabaita gyali, nagamba nti Mumanyi

ngabami Bamawanga babafuga, nabakulu babwe babatwala namanyi. Tekiriba bwekityo mumwe: naye buli ayagala okuba omukulu mumwe aliba muwereza wamwe: na buli ayagala okuba owoluberyeberye mumwe aliba mudu wamwe: nga Omwana womuntu bwataja kuwerezebwa, wabula okuwereza, nokuwayo obulamubwe ekinunulo ekyabangi.

Bwebali nga bafuluma mu Yeriko, ekibina ekinene nekimugoberera. Laba, abazibe bamaso babiri abali batude ku mabali gekubo, bwebawulira nti Isa aitawo, nebogerera wagulu, nga bagamba nti Mukama wafe, tusasire, omwana wa Daudi. Ekibina nekibabogolera, okusirika: naye bo nebeyongera okwogerera wagulu, nga bagamba nti Mukama wafe, tusasire, omwana wa Daudi. Isa naimirira, nabaita, nagamba nti Mwagala mbakole ki? Nebamugamba nti Mukama wafe, amaso gafe gazibuke. Isa nakwatibwa ekisa, nakoma ku maso gabwe: amangwago nebalaba, nebamugoberera.

21.

Bwebasembera okumpi Neyerusalemi, nebatuka Ebesifage, ku lusozi olwa Zeituni, awo Isa natuma abaigirizwa babiri, nabagamba nti Mugende mu kalo akabali mu maso, amangwago munalaba endogoi ngesibidwa, nomwana (wayo) nayo: muzisumulule, muzindetere. Naye omuntu bwanabagamba ekigambo, munagamba nti Mukama (wafe) yazagala; naye anaziwereza mangwago. Kino kyabawo, (ekigambo) kitukirire nabi kyeyayogera, ngagamba nti

Mumubulire muwala wa Sayuni nti

Laba, Kabakawo aja gyoli,
Omutefu, nga yebagade endogoi,
Nakayana omwana wendogoi.

6 Abaigirizwa nebagenda, nebakola nga Isa bwe-
7 yabalagira, nebaleta endogoi, nomwana (gwayo,)
8 nebazisako engoye zabwe; nazitulako. Abantu
bangi abomukibina nebālira engoye zabwe mu
kubo; abalala nebatema amatabi ku miti, neba-
9 galira mu kubo. Ebibina ebyamukulembera,
nebyo ebyava enyuma, nebyogerera wagulu,
nebigamba nti Osana eri omwana wa Daudi:
Aweredwa omukisa aja mu linya lya Mukama;
10 Osana wagulu mu gulu. Awo bweyaingira mu
Yerusalemi, ekibuga kyona nekikankanyizibwa
11 nga kigamba nti Ani ono? Ebibina nebi-
gamba nti Ono nabi, Isa ava mu Nazalesi
Ekyegaliraya.

12 Isa naingira mu yekalu ya Katonda, nago-
bera ebweru bona abali batunda mu yekalu,
navunika embawo ezabali bawanyisa efeza,
13 nentebe ezabali batunda amaiba; nabagamba
nti Kyawandikibwa nti Enyumba yange eriiti-
bwa nyumba ya kusabiramu: naye mwe mugi-
14 fula empuku yabanyazi. Awo abazibe bamaso
nabalema nebaja gyali mu yekalu: nabawonya.
15 Naye bakabona abakulu nabawandisi bwebalaba
ebyamagero byeyakola, nabana abayogerera wa-
gulu mu yekalu nga bagamba nti Osana eri
16 omwana wa Daudi; nebanyiga nebamugamba
nti Owulira bano bwebagamba? Isa nabagamba
nti Mpulira: temusomangako nti Mu kamwa
17 kabana abato nabawere otukiri'za etendo? Naba-
leka, nafuluma mu kibuga, (nagenda) Ebesaniya,
nasula eyo.

18 Awo enkya bweyali ngadayo ku kibuga,

enjala nemuluma. Nalaba omutini gumu ku 19
mabali gekubo, nagutukako, nasanga nga tekuli
kintu, wabula amalagala mererc; nagugamba
nti Tobalanga bibala emirembe nemirembe.
Amangwago omutini neguwotoka. Abaigirizwa 20
bwebalaba, nebewunya, nebagamba nti Omutini
guwotose gutya amangu? Isa nadamu naba- 21
gamba nti Mazima mbagamba nti Bwemuliba
nokukiriza, nga temubusabusa, temulikola kino
kyoka ekyomutini, naye bwemuligamba nolusozi
luno nti Situlibwa osulibwe mu nyanja, kirikole-
bwa. Ne byona byona byemulyagala nga mu- 22
saba, nga mukiriza, mulibiwebwa.

Naingira mu yekalu, bakabona abakulu naba- 23
kade babantu nebaja gyali ngaigiriza, neba-
gamba nti Buinza ki obukukoza bino? ani
eyakuwa obuinza buno? Isa nadamu naba- 24
gamba nti Nange kambabuze ekigambo kimu,
bwemunakinzivunula, era nange nababulira obui-
nza bwebuli obunkoza bino. Okubatiza kwa 25
Yokana kwava wa? mu gulu nantiki mu bantu?
Nebebuzaganya boka na boka, nebagamba nti
Bwetunagamba nti Mu gulu; anatugamba nti
Kale kiki ekyabalobera okumukiriza? Naye bwe- 26
tunagamba nti Mu bantu; tutya abantu; kuba-
nga bona bamulowoza Yokana nga nabi. Neba- 27
mudamu Isa nebagamba nti Tetumanyi. Naye
nabagamba nti Era nange sibabulire obuinza
bwebuli obunkoza bino. Naye mulowoza mutya? 28
(Waliwo) omunto eyalina abanabe babiri; naja
eri owoluberyeberye, nagamba nti Omwana, ge-
nda okole emirimu lero mu lusuku olwemi-
zabibu. Nadamu nagamba nti Ng'anyi: naye 29
oluvanyuma neyenenya, nagenda. Naja eri 30
owokubiri, nagamba bwatyo. Naye nadamu

nagamba nti Kang'ende, sebo: natagenda.
31 Kwabo bombi ani eyakola kitawe kyayagala? Nebagamba nti Owoluberyeberye. Isa nabagamba nti Mazima mbagamba nti abawoza nabenzi babasoka mwe okuingira mu bwakabaka
32 bwa Katonda. Kubanga Yokana yaja gyemuli mu kubo eryobutukirivu, namwe temwamukiriza: naye abawoza nabenzi bamukiriza: namwe, bwemwalaba bwemutyo, noluvanyuma temwenenya okumukiriza.
33 Muwulire olugero olulala: Waliwo omuntu eyalina enyumbaye, nasimba olusuku olwemizabibu, nalukomerako olukomera, nalusimamu esogolero, nazimba ekigo, nalusigira abalimi,
34 natambula olugendo. Awo omwaka bwegwali gunatera okutuka ebibala (okwengera), natuma
35 abadube eri abalimi, babawe ebibalabye. Naye abalimi nebakwata abadube, omu nebamukuba, omulala nebamu'ta, omulala nebamukasukira
36 amainja. Natuma nate abadu abalala bangi okusinga aboluberyeberye: nebabakola abo bwe-
37 batyo. Oluvanyuma nabatumira omwanawe, ngagamba nti Banamuwulira omwana wange.
38 Naye abalimi bwebamulaba omwana nebagamba boka na boka nti Ono ye musika; muje, tumu'te,
39 tubulye obusikabwe. Nebamukwata, nebamusindikiriza mu lusuku olwemizabibu, nebamu'ta.
40 Kale, mukama wolusuku olwemizabibu bwalija,
41 alibakola atya abalimi abo? Nebamugamba nti Abo ababi alibazikiriza bubi, naye olusuku olwemizabibu alirusigira abalimi abalala, abanamuwerezanga ebibala byamu mu mwaka gwabyo.
42 Isa nabagamba nti Temusomangako mu byawandikibwa nti

Ejinja abazimbi lyebagana

Lye lyafuka omutwe gwensonda:
Kino kyava eri Mukama,
Era kya kitalo mu maso gafe?
Kyenva mbagamba nti Obwakabaka bwa Ka- 43
tonda bulibagyibwako mwe, buliwebwa egwanga
eribala ebibala byabwo. Era agwa ku jinja lino 44
alimenyekamenyeka: naye buli gweririgwako,
lirimubetenta. Awo bakabona abakulu Naba- 45
falisayo bwebawulira engeroze, nebategera nti
ayogede kubo. Nabo bwebali bagala okumu- 46
kwata, nebatya ebibina, kubanga byamulowoza
okuba nabi.

22.

Isa nadamu nayogera nabo nate mu ngero, 1
ngagamba nti Obwakabaka obwomugulu bufa- 2
nanyizibwa nomuntu (eyali) kabaka, eyamufu-
mbira omwanawe embaga eyobugole, natuma 3
abadube okubaita abaitirwa embaga eyobugole:
nebatayagala kuja. Natuma nate abadu abalala, 4
ngagamba nti Mubabulire abantu abaitibwa nti
Laba, nfumbye embaga yange; ente zange neza
sava zitidwa, ne byona byetesetese: muje ku
mbaga eyobugole. Naye bo nebatasayo mwoyo 5
nebagenda, omulala mu kyalokye, omulala mu 6
buguzibwe: abasigalawo nebakwata abadube, ne-
babagirira ekyejo, nebaba'ta. Naye kabaka na- 7
kwatibwa obusungu; nagaba egyerye, nazikiriza
abasi abo, nayokya enju zabwe. Awo nabaga- 8
mba abadube nti Obugole bwetesetese, naye abo
abaitibwa tebasanira. Kale mugende mu masa- 9
ng'anzira gengudo, bona bemunalabayo mubaite
ku mbaga eyobugole. Abadu bali nebagenda 10
mu ugudo, nebakung'anya bona bebalaba, ababi

11 nabalungi: obugole nebujula abagenyi. Naye
kabaka bweyaingira okulaba abagenyi, nalabamu
omuntu atayambade kyambalo kya bugole: na-
12 mugamba nti Munange, oingide otya wano nga
13 tolina kyambalo kya bugole? nabunira. Awo
kabaka nabagamba abasajabe nti Mumusibe
emikono namagulu, mumusule mu kizikiza ekye-
bweru; mwe muliba okukaba nokuluma obujigi.
14 Kubanga bangi abaitibwa, naye abalondemu
batono.

15 Awo Abafalisayo nebagenda, nebatesa wamu
16 bwebanamutega mu bigambo. Nebamutumira
abaigirizwa babwe, wamu Nabakerodiani, neba-
gamba nti Omuigiriza, tumanyi ngoli wa mazi-
ma, era ngoigiriza mu mazima ekubo lya Kato-
nda, so ebigambo byomuntu yena tobisako
17 mwoyo: kubanga tososola mu bantu. Kale
tubulire, olowoza otya? Kirungi okumuwa
18 Kaisali omusolo, oba siwewawo? Naye Isa
nategera obubi bwabwe, nagamba nti Munke-
19 mera ki, mwe bananfusi? Munjolese efeza
20 eyomusolo. Nebamuletera edinali. Nabagamba
nti Ekifananyi kino nobuwandikeko byani?
21 Nebamugamba nti Bya Kaisali. Awo nabagamba
nti Kale musasule Kaisali ebya Kaisali; ne
22 Katonda ebya Katonda. Bwebawulira, nebe-
wunya, nebamuleka, nebagenda.

23 Ku lunaku olwo nebaja gyali Abasadukayo,
24 abagamba nti tewali kuzukira: nebamubuza,
nga bagamba nti Omuigiriza, Musa yagamba nti
Omuntu bwafanga, nga talina bana, mugandawe
adengawo awase mukaziwe, azalire mugandawe
25 ezade. Awo ewafe yaliyo aboluganda musanvu:
owoluberyeberye nawasa nafa, naye bwatalina
26 zade namulekera mugandawe mukaziwe; bwatyo

nowokubiri, nowokusatu, okutusa bona omu-
sanvu. Oluvanyuma, bona nga bawedewo, 27
omukazi nafa. Kale mu kuzukira aliba muka 28
ani kwabo omusanvu? kubanga bona babuna
okumufumbirwa. Naye Isa nadamu nabaga- 29
mba nti Mukyama ölwobutamanya ebyawandi-
kibwa, newakubade amanyi ga Katonda. Ku- 30
banga mu kuzukira tebawasa, so tebafumbirwa,
naye bali nga bamalaika mu gulu. Naye ebyo- 31
kuzukira kwabafu, temwasoma Katonda kyeya-
bagamba nti Nze ndi Katonda wa Ibulaimu, era 32
Katonda wa Isaka, era Katonda wa Yakobo?
Si Katonda wa bafu, naye wa balamu. Ebibina 33
bwebyawulira nebyewunya okuigirizakwe.

Naye Abafalisayo bwebawulira nti ababuni'za 34
Abasadukayo, nebakung'anira wamu. Omu kubo, 35
owamateka, namubuza ngamukema nti Omuigiri- 36
za, ekiragiro ekikulu mu mateka kiriwa? Naye 37
namugamba nti Yagala Mukama Katondawo
nomutimagwo gwona, nobulamubwo bwona, na-
magezigo gona. Kino kye kiragiro ekikulu ekyo- 38
luberyeberye. Nekyokubiri ekirifanana kye kino 39
nti Yagala muliranwawo nga bweweyagala weka.
Mu biragiro bino byombi amateka gona mwe- 40
gasinzira, era ne banabi.

Abafalisayo webakung'ana, Isa nababuza, 41
ngagamba nti Masiya mumulowoza mutya? 42
ye mwana wani? Nebamugamba nti Wa
Daudi. Nabagamba nti Kale, Daudi mu Mwoyo 43
kiki ekimuisa Mukamawe, ngagamba nti

Mukama yamugamba Mukama wange nti 44
Tula kumu kono gwange ogwadyo,
Okutusa lwendisa abalabebo wansi webigere-
byo?

Kale obanga Daudi amuita Mukamawe, ali 45

46 atya omwanawe? Newataba muntu eyainza okumudamu ekigambo, era okuva ku lunaku olwo tewali muntu eyayang'anga okumubuza ekigambo nate.

23.

1 Awo Isa nayogera nebibina nabaigirizwabe,
2 ngagamba nti Abawandisi Nabafalisayo batude
3 ku ntebe ya Musa: kale ebigambo byona bye-babagamba, mubikole mubikwate: naye temukola nga bo bwebakola; kubanga bagamba
4 naye tebakola. Era basiba emigugu egizitowa egitetikika, bagitika abantu ku kibegabega; naye boka tebagala kuginyenyako nengalo
5 yabwe. Naye ebikolwa byabwe byona babikola era abantu babirabe: kubanga bagaziya fulakiteri
6 zabwe, era bongerako amatanvuwa, era bagala ebifo ebyokumanjo ku mbaga, nentebe ezekiti-
7 bwa mu makung'aniro, nokulamusibwa mu
8 butale, nokuitibwa abantu nti Labi. Naye mwe temuitibwanga Labi: kubanga omuigiriza wamwe ali omu, namwe mwena muli ba luganda.
9 Era temuitanga muntu kunsi kitamwe: kuba-
10 nga Kitamwe ali omu, ali mu gulu. So temuitibwanga balagirizi: kubanga omulagirizi wamwe
11 ali omu, ye Masiya. Naye mumwe abasinga
12 obukulu aliba muwereza wamwe. Na buli alyegulumiza alikakanyizibwa; na buli alyekakanya aligulumizibwa.
13 Naye ziribasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, bananfusi! kubanga mugalira obwaka-
14 baka obwomugulu mu maso gabantu: kubanga mwe temuingira, nabo ababa baingira, temubaganya kuingira.

Ziribasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, 15
bananfusi! kubanga mwetolola mu nyanja ne ku
lukalu okukyusa omuntu omu; naye bwalabika,
mumufula mwana wa geyena emirundi ebiri
okukira mwe.

Ziribasanga mwe, abasale abazibe bamaso, 16
abagamba nti Buli aliraira yekalu, nga si kintu;
naye buli aliraira ezabu eyomuyekalu, ngaziza
omusango. Mwe abasiru era abazibe bamaso; 17
kubanga ekikira obukulu kiriwa, ezabu, oba
yekalu etukuza ezabu? Era nti Buli aliraira 18
ekyoto, nga si kintu; naye buli aliraira ekitone
ekiriko, ngaziza omusango. Mwe abazibe ba- 19
maso: kubanga ekikira obukulu kiriwa, ekitone,
oba ekyoto ekitukuza ekitone? Naye alaira 20
ekyoto, alaira kyo, ne byona ebiriko. Naye 21
alaira yekalu alaira yo, noyo atula omwo. Naye 22
alaira egulu, alaira ntebe ya Katonda, noyo
agitulako.

Ziribasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, 23
bananfusi! kubanga muwa ekitundu ekyekumi
ekya nabugira ne aneta ne kumino, nemulekayo
ebigambo ebikulu ebyamateka, obutalya nsonga,
nekisa, nokukiriza: naye bino kyabagwanira
okubikola, era na biri obutabirekayo. Mwe 24
abasale abazibe bamaso abasengeja ensiri, nemu-
mira engamira.

Ziribasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, 25
bananfusi! kubanga munaza kungulu ku ndeku
nekibya, naye munda mujude obunyazi nobute-
gendereza. Gwe Omufalisayo omuzibe wamaso, 26
soka onaze munda mu ndeku nekibya, ne ku-
ngulu kwayo kulyoke kube kulungi.

Ziribasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, 27
bananfusi! kubanga mufanana amalalo agasigi-

bwa okutukula, agalabika kungulu nga gawomye, naye munda mujude amagumba gabafu, nempi-
28 tambi yona. Bwemutyo namwe kungulu mulabika mu bantu nga muli batukirivu, naye munda mujude obunanfusi nobujemu.
29 Zirihasanga mwe, abawandisi Nabafalisayo, bananfusi! kubanga muzimba amalalo ga banabi,
30 muwomya ebi'gya byabatukirivu, nemugamba nti Singa twaliwo mu biro bya bajaja bafe, tetwandisiza kimu nabo mu musai gwa banabi.
31 Bwemutyo mwetegeza mweka nti muli bana
32 babwe abata banabi. Kale mujuze ekigero kya
33 bajaja bamwe. Mwe emisota, abana bembalasasa,
34 muliduka mutya omusango ogwegeyena? Laba, kyenva mbatumira banabi, nabamagezi, nabawandisi: nabamu kubo mulibata mulibakomerera; nabalala mulibakuba emigo mu makung'aniro gamwe, mulibaiganya mu byalo
35 byona: mulyoke mujirwe omusai gwona omutukirivu ogwayika kunsi, okusoka ku musai gwa Abiri oyo omutukirivu okutusa ku musai gwa Zakaliya omwana wa Balakiya, gwemwatira
36 wakati weyekalu nekyoto. Mazima mbagamba nti Ebigambo bino byona biritukirira abemirembe gino.
37 Yerusalemi, Yerusalemi, ata banabi, akasukirira amainja abantu abatumibwa gyali! emirundi emeka gyenayagalira okukung'anya abanabo, ngenkoko bwekung'anya obwana bwayo munda
38 webiwawatiro, nemutayagala! Laba, enyumba
39 yamwe ebalekedwa kifulukwa. Kubanga mbagamba nti Temulindabako na katono okusoka lero, okutusa Iwemulyogera nti Awebwa omukisa aja mu linya lya Mukama.

24.

Isa nafuluma mu yekalu; yali ngatambula, 1
abaigirizwabe nebaja okumulaga amazimba geye-
kalu. Naye nadamu nabagamba nti Temulaba 2
bino byona? mazima mbagamba nti Tewalisigala
wano jinja (eriri) kungulu ku jinja eritalisulibwa
wansi.

Bweyali atude ku lusozi olwa Zeituni, abaigi- 3
rizwa nebaja gyali kyama, nebagamba nti Tubu-
lire bino webiriberera nakabonero akokujakwo
bwekaliba, nakemirembe gino okugwawo? Isa 4
nadamu nabagamba nti Mulabe omuntu yena
tabakyamyanga. Kubanga bangi abalija mu 5
linya lyange, nga bagamba nti Nze Masiya;
balikyamya bangi. Muliwulira entalo netutumu 6
lyentalo: mulabe temweralikiriranga: kubanga
tebiriremа kubawo; naye enkomerero ngekyali.
Kubanga egwanga liritabala egwanga ne kabaka 7
alitabala kabaka: walibawo enjala nebikankano
awalala nawalala. Naye ebyo byona lwe lube- 8
ryeberye lwokulumwa. Lwebalibawayo mwe 9
mubonyebonyezebwe, baliba'ta: namwe muli-
kyaibwa amawanga gona okubalanga erinya
lyange. Mu biro ebyo bangi abalyesitala, 10
baliwang'anayo, balikyawagana. Ne banabi 11
bangi abobulimba balija, balikyamya bangi.
Era kubanga obujemu buliinga obungi, okwagala 12
kwabasinga obungi kuliwola. Naye agumikiriza 13
okutuka ku nkomerero, yalirokolebwa. Nenjiri 14
eno eyobwakabaka eribulirwa munsi zona, oku-
ba omujulirwa mu mawanga gona; awo enko-
merero neryoka eja.

Kale bwemuliraba ekyomuzizo ekizikiriza, 15

Danieri nabi kyeyayogerako, nga kiimiride mu
16 kifo ekitukuvu, [asomamu ategere,] awo abali
17 mu Buyudaya badukiranga ku nsozi: ali wagulu
kunju takanga kugyamu bintu ebiri munjuye:
18 ali mu lusuku tadanga nate kutwala kyambalo-
19 kye. Naye ziribasanga abali embuto nabayonsa
20 mu naku ezo! Namwe musabe ekiduko kya-
mwe kireme okuba mu biro ebyempewo, newa-
21 kubade ku sabiti: kubanga mu biro ebyo waliba
ekibonyobonyo ekinene, nga tekibangawo kaso-
kede ensi ebawo okutusa lero, era tekiribawo
22 nate. Enaku ezo singa tezasalibwako, tewa-
ndirokose buli alina omubiri: naye olwabalonde
23 enaku ezo zirisalibwako. Mu biro ebyo omuntu
bwabagambanga nti Laba, Masiya ali wano, oba
24 nti Wano; temukirizanga. Kubanga walija
Bamasiya abobulimba, ne banabi abobulimba,
nabo balikola obubonero obukulu nebyamagero;
nokukyamya bakyamye nabalonde, obanga kii-
25, 26 nzika. Laba, mbalabude. Kale bwebabaga-
mbanga nti Laba, ali mu lukoła; temufulu-
manga: laba, (ali) mu bisenge munda; temukiri-
27 zanga. Kubanga ngokumyansa bwekuva ebu-
vanjuba, nekulabikira ebugwanjuba; bwekutyo
28 bwekuliba okuja Kwomwana womuntu. Awaba
omulambo wona, eyo ensega wezirikung'anira.
29 Naye amangwago, oluvanyuma lwekibonyo-
bonyo ekyomunaku ezo enjuba erifuka ekizikiza,
nomwezi tegulyolesa musana gwagwo, nemunye-
nye zirigwa (okuva) mu gulu, namanyi ago-
30 mugulu galinyenyezebwa: awo lwekalirabika
akabonero Akomwana womuntu mu gulu:
nebika byona Ebyensi lwebirikuba ebiwobe,
biriraba Omwana womuntu ngaja ku bire ebye-
31 gulu namanyi nekitibwa ekinene. Era alituma

bamalaikabe nedobozi dene eryekondere, nabo balikung'anya abalondebe mu mpewo enya, okuva ku nkomerero yegulu nokutusa ku nkomerero yalyo.

Era muigire ku mutini olugero lwagwo: etabi lyagwo bwerigeja, amalagala negatojera, mutegera ngomwaka guli kumpi; bwemutyo namwe, bwemulaba ebigambo ebyo byona, mutegere nti ali kumpi, ku lugi. Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegirigwawo, okutusa ebyo byona lwebirikolebwa. Egulu nensi birigwawo, naye ebigambo byange tebirigwawo dala. Naye ebyolunaku luli nekisera tewali abimanyi, newakubade bamalaika abomugulu, newakubade Omwana, wabula Kitange yeka. Naye ngenaku za Nuwa (bwezali), bwekutyo bwekuliba okuja Kwomwana womuntu. Kuba nga bwebali ku naku ezo ezasoka amataba nga balya nga banywa, nga bawasa nga bagaba okufumbirwa, okutuka ku lunaku Nuwa lweyaingira mu lyato, nebatamanya okutusa amataba lwegaja, negabatwala bona; bwekutyo bwekuliba okuja Kwomwana womuntu. Mu biro ebyo abasaja babiri baliba mu kyalo; omu alitwalibwa, nomulala alirekebwa: abakazi babiri (baliba) nga basa ku lubengo; omu alitwalibwa, nomulala alirekebwa. Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku bweruli Mukama wamwe lwajirako. Naye kino mukitegere nti Alina enjuye singa yamanya ekisisimuka bwekiri omubi kyanajiramu, yanditunude, teyandirese nyumbaye kusimibwa. Mukale namwe mweteketeke: kubanga mu kisera kyemutalowoza Omwana womuntu kyajiramu. Kale aliwa nate omudu oyo omwesigwa owamagezi, mukamawe gweyasigira abomunjuye, okubawa emere yabwe

32 33 34 35 36 37 38 39 40 41 42 43 44 45

46 mu kisera kyayo? Omudu oyo alina omukisa,
mukamawe gwalisanga ngaze ngakola bwatyo.
47 Mazima mbagamba nti alimusigira ebintubye
48 byona. Naye omudu oyo omubi bwaligamba
49 mu mutimagwe nti Mukama wange alude; era
bwalisoka okukuba badu bane, nokulya noku-
50 nywera awamu nabatamivu; mukama womudu
oyo alijira ku lunaku lwatalindiriramu, ne mu
51 kisera kyatamanyi, alimutemamu ebitundu
bibiri, alimuwa omugabogwe wamu ne bananfu-
si: mwe muliba okukaba nokuluma obujigi.

25.

Mu biro ebyo obwakabaka obwomugulu bulifananyizibwa abawala ekumi, abatwala etabaza.
zabwe, nebagenda okumusisinkana anawasa
2 omugole. Naye banabwe abatano bali basiru-
3 siru, nabatano be balina magezi. Kubanga
abasirusiru, bwebatwala etabaza zabwe, nebate-
4 twalira mafuta: naye abalina amagezi nebatwala
mafuta mu macupa gabwe wamu netabaza zabwe.
5 Naye anawasa omugole bweyalwayo, bona neba-
6 bongota nebebaka. Naye ekiro mu tumbi
newaba oluyogano nti Laba, anawasa omugole
7 (aja)! Mufulume okumusisinkana. Abawala
bali bona nebalyoka bagolokoka, nebalongosa
8 etabaza zabwe. Abasirusiru nebagamba abalina
amagezi nti Mutuwe ku mafuta gamwe; kuba-
9 nga etabaza zafe zigwerera. Naye abalina
amagezi nebadamu, nebagamba nti Wozi tega-
tumale fena namwe: wakiri mugende eri aba-
10 tunda, mwegulire. Nabo bwebali bagenda
okugula, anawasa omugole naja; nabo abali
betesetese nebaingira naye mu mbaga eyobugole:

olugi nerugalwawo. Oluvanyuma nebaja nabo 11
abawala bali abalala, nebagamba nti Mukama
wafe, mukama wafe, tugulirewo. Naye nadamu 12
nagamba nti Mazima mbagamba nti sibamanyi.
Kale mutunule, kubanga temumanyi lunaku 13
newakubade ekisera.

Kubanga (buli) ngomuntu eyali agenda oku- 14
tambula munsi endala, naita abadube, nabale-
kera ebintubye. Namuwa omu etalanta tano, 15
omulala biri, omulala emu; buli muntu ngobui-
nzabwe bwebwali; nagenda. Amangwago oli 16
eyawebwa etalanta etano nagenda nazisubula
navisamu etalanta tano endala. Bwatyo noli 17
(eyawebwa) etalanta ebiri, navisamu ebiri endala.
Naye oli eyawebwa emu nagenda nasima mu 18
taka, nakweka efeza ya mukamawe. Awo ebiro 19
bingi bwebyaita, mukama wabadu bali naja,
nabala nabo omuwendo. Noli eyawebwa etala- 20
nta etano naja naleta etalanta etano endala,
nagamba nti Mukama wange, wandekera etala-
nta tano: laba, navisamu etalanta tano endala.
Mukamawe namugamba nti Webale, (oli) mudu 21
mulungi mwesigwa: wali mwesigwa mu bitono,
ndikusigira ebingi: ingira mu sanyu lya muka-
mawo. Noli (eyawebwa) etalanta ebiri naja 22
nagamba nti Mukama wange, wandekera etala-
nta biri: laba navisamu etalanta biri endala.
Mukamawe namugamba nti Webale (oli) mudu 23
mulungi mwesigwa; wali mwesigwa mu bitono,
ndikusigira ebingi: ingira mu sanyu lya muka-
mawo. Noli eyawebwa etalanta emu naja 24
nagamba nti Mukama wange, nakumanya ngoli
muntu mukakanyavu ngokungulira gyotasigira,
ngokung'anyiza gyotayiyira: nentya, neng'e- 25
nda, nengikweka mu taka etalantayo: laba, eyiyo

26 olinayo. Naye mukamawe nadamu namugamba
nti Oli mudu mubi mugayavu, wamanya nti nku-
27 ngulira gyesasigira, nkung'anyiza gyesayiyira;
kale kyakugwanira okugiwa abasubuzi efeza ya-
nge, nange bwenandi'ze nandiweredwa eyange
28 namagoba gamu. Kale mumugyeko etalanta, mu-
29 giwe oli alina etalanta ekumi. Kubanga buli mu-
ntu alina aliwebwa, era aliba na bingi: naye ata-
30 lina, aligyibwako na kiri kyalinakyo. Nomudu
oyo ataliko kyagasa mumusule mu kizikiza ekye-
bweru: mwe muliba okukaba nokuluma obujigi.
31 Naye Omwana womuntu bwalija mu kitibwa-
kye, ne bamalaika bona (nga bali) naye, awo
32 bwalitula ku ntebe eyekitibwakye: namawanga
gona galikung'anyizibwa mu masoge: naye ali-
bayawulamu ngomusumba bwayawulamu endiga
33 nembuzi: nendiga aliziteka ku mukonogwe
ogwadyo, naye embuzi ku mukono ogwa kono.
34 Awo Kabaka alibagamba abali ku mukonogwe
ogwadyo nti Muje, mwe Kitange beyawa omu-
kisa, musikire obwakabaka obwabatekerwate-
35 kerwa okuva ku kutonda Ensi: kubanga nalina
enjala nemumpa ekyokulya: nalina enyonta
36 nemunywesa: nali mugenyi nemunsuza; (nali)
bwerere nemunyambaza: nali mulwade nemu-
nambula: nali mu nvuba, nemuja mundaba.
37 Awo abatukirivu balimudamu nga bagamba nti
Mukama wafe, twakulaba di ngolina enjala netu-
kulisa? oba ngolina enyonta netukunywesa?
38 Era twakulaba di ngoli mugenyi netukusuza?
39 oba ngoli bwerere netukwambaza? Era twa-
kulaba di ngoli mulwade, oba mu nvuba, netuja
40 tukulaba? Ne Kabaka alidamu alibagamba nti
Mazima mbagamba nti Nga bwemwakola omu
kwabo baganda bange abasinga obuto, mwaki-

kola nze. Awo alibagamba nabo abali ku muko- 41
nogwe ogwa kono nti Muvewo wendi, mwe aba-
kolimirwa, (mugende) mu muliro ogutagwawo
ogwatekerwatekerwa Setani ne bamalaikabe:
kubanga nalina enjala, temwampa kya kulya: 42
nalina enyonta, temwanywesa: nali mugenyi, 43
temwansuza: (nali) bwerere, temwanyambaza:
mulwade, ne mu nvuba, temwanambula. Awo 44
nabo balidamu, nga bagamba nti Mukama wafe,
twakulaba di ngolina enjala, oba ngolina enyo-
nta, oba mugenyi, oba bwerere, oba mulwa-
de, oba mu nvuba, netutakuwereza? Awo 45
alibadamu, ngagamba nti Mazima mbagamba
nti Nga bwemutakola omu kwabo abasinga
obuto, temwakikola nze. Ne bano baligenda 46
mu kibonerezo ekitagwawo: naye abatukirivu
(baligenda) mu bulamu obutagwawo.

26.

Awo olwatuka Isa bweyamala ebigambo ebyo 1
byona, nagamba abaigirizwabe nti Mumanyi nti 2
olwebiri walibawo Okuitako Nomwana womuntu
aliwebwayo okukomererwa. Awo bakabona 3
abakulu nabakade babantu nebakung'anira mu
kigango kya kabona omukulu, eyaitibwa
Kayafa; nebatesa wamu Isa okumukwasa 4
amagezi, bamute. Naye nebagamba nti Tuleme 5
okumukwatira ku lunaku olukulu, abantu
baleme okukayana.

Naye Isa bweyali mu Besaniya, munju ya 6
Simoni omugenge, omukazi naja gyali, eyalina 7
ecupa eyamafuta agomugavu agomuwendo
omungi enyo, nagamufukira ku mutwe, nga-
tudo alya. Naye abaigirizwa bwebalaba, neba- 8

9 nyiga nebagamba nti Gafude ki gano? Kubanga
gano singa gatundidwa gandivudemu ebintu
10 bingi, okubawa abavu. Naye Isa bweyategera
nabagamba nti Mumunakuwaliza ki omukazi?
11 kubanga ankoze ekigambo ekirungi. Kuba-
nga abavu bemulinabo bulijo; naye temuli na-
12 nge bulijo. Kubanga bwafuse amafuta gano ku
13 mubiri gwange, anziraze okunzika. Mazima
mbagamba nti Enjiri eno buli gyeribulirwa munsi
zona, nakyo omukazi ono kyakoze kiryogerwako
okumujukira.

14 Awo omu kwabo ekumi nababiri, eyaitibwa
Yuda Isikalyota, nagenda eri bakabona abakulu,
15 nagamba nti Mukiriza kumpa ki, nange ndimu-
wayo gyemuli? Nebamugerera ebitundu bya
16 feza amakumi asatu. Nasokera awo okunonya
ebanga bwanamuwayo.

17 Naye ku (lunaku) olusokerwako olwemigati
egitazimbulukuswa, abaigirizwa nebaja eri Isa,
nebagamba nti Oyagala tutekeretekere wa Okui-
18 tako gyonokulira? Nagamba nti Mugende mu
kibuga ewa gundi, mumugambe nti Omuigi-
riza agambye nti Ekisera kyange kinatera oku-
tuka; ewuwo gyenalira Okuitako nabaigirizwa
19 bange. Abaigirizwa nebakola nga Isa bwabala-
20 gide; nebatekateka Okuitako. Naye obude
bwebwawungera, natula okulya nabaigirizwa
21 ekumi nababiri; era bali balya, nagamba nti
Mazima mbagamba nti omu kumwe anandyamu
22 olukwe. Nebanakuwala nyo, nebatanula kino-
mu okumugamba nti Mukama wange, ye nze?
23 Naye nadamu nagamba nti Oyo akozeza awamu
24 nange mu kibya, yanandyamu olukwe. Omwana
womuntu agenda, nga bweyawandikirwa: naye
* zimusanze omuntu oyo analyamu olukwe

Omwana womuntu! kyandibade kiruhgi eri oyo
singa teyazalibwa omuntu oyo. Yuda, eyamu- 25
lyamu olukwe, nadamu nagamba nti Labi, ye
nze? Namugamba nti Gwoyogede. Era bali 26
bakyalya, Isa natola emere, neyebaza, nagi-
menyamu; nabawa abaigirizwa, nagamba nti
Mutole, mulye; eno gwe mubiri gwange. Na- 27
tola endeku, neyebaza, nabawa, ngagamba nti
Munywe kweno mwena; kubanga eno gwe 28
musai gwange ogwendagano, oguyika kulwa-
bangi olwokugyawo ebibi. Naye mbagamba 29
nti Sirinywa na katono okusoka lero ku guno
ogubala ku muzabibu, okutusa ku lunaku luli
lwendigunywa omugya awamu namwe mu bwa-
kabaka bwa Kitange.

Bwebamala okuimba nebafuluma (okugenda) 30
ku lusozi olwa Zeituni.

Awo Isa nabagamba nti Mwe mwena mune- 31
sitala kulwange ekiro kino: kubanga kyawa-
ndikibwa nti Ndikuba omusumba, nendiga ezo-
mukisibo zirisasanyizibwa. Naye bwendimala 32
okuzukizibwa, ndibakulembera okugenda Ega-
liraya. Naye Petero nadamu namugamba nti 33
Bona bwebanesitala kululwo, nze sesitale na
katono. Isa namugamba nti Mazima nkugamba 34
nti Mu kiro kino, enkoko eneba tenakokolima,
ononeganira emirundi esatu. Petero namuga- 35
mba nti Newakubade nga kingwanira okufira
awamu nawe, sikwegane na katono. Nabaigiri-
zwa bona nebogera bwebatyo.

Awo Isa natuka nabo mu kifo ekiitibwa Gese- 36
semane, nagamba abaigirizwabe nti Mutule
wano, ngende eri nsabe. Natwala Petero naba- 37
na ba Zebedayo bombi, natanula okunakuwala
nokweralikirira enyo. Awo nabagamba nti 38

Omwoyo gwange guliko enaku nyingi, zigenda kunzita: mubere wano, mutunule nange.
39 Natambulako katono, navunama, nasaba, nagamba nti Ai Kitange, endeku eno enveko, oba kiinzika: naye, si nga nze bwenjagala,
40 wabula nga gwe (bwoyagala). Nada eri abaigirizwa, nabasanga nga bebase, namugamba Petero nti Kazi temuinziza kutunula nange
41 nesawa emu? Mutunule musabe, muleme okuingira mu kukemebwa: omwoyo gwe gwa-
42 gala naye omubiri gwe munafu. Nate nagenda omulundi ogwokubiri, nasaba, ngagamba nti Ai Kitange, obanga eno teinza kunvako, wabula
43 nze okuginywa, kyoyagala kikolebwe. Naja nate nabasanga nga bebase, kubanga amaso
44 gabwe gali gakambaga. Nabaleka nate, nagenda, nasaba omulundi ogwokusatu, nayogera
45 nate ebigambo bimu na biri. Awo naja eri abaigirizwa, nabagamba nti Mwebakire dala kakano, muwumule: laba, ekisera kinatera okutuka, Nomwana womuntu aweredwayo mu
46 mikono gyabalina ebibi. Muimuke tugende: laba, andyamu olukwe anatera okutuka.
47 Yali akyayogera, laba, Yuda, omu ku kumi nababiri, naja, ngalina ebibina bingi ebirina ebitala nemigo, (nga bava) eri bakabona abakulu
48 nabakade babantu. Naye oyo amulyamu olukwe yabawa akabonero, ngagamba nti Gwe-
49 nanywegera, nga ye wuyo: mumukwate. Amangwago naja awali Isa, nagamba nti Mirembe, Labi; namunywegera nyo. Isa namugamba
50 nti Munange, (kola) kyojiride. Awo nebaja,
51 Isa nebamusako emikono, nebamukwata. Laba, omu kwabo abali ne Isa, nagolola omukono, nasowola ekitalakye, natema omudu wa kabona

omukulu, namusalako okutu. Awo Isa namuga- 52
mba nti Ekitalakyo kize mu kifo kyakyo:
kubanga abo bona abakwata ekitala balifa
ekitala. Oba olowoza nti siinza kumwegairira 53
Kitange, naye anampereza kakano bamalaika
okusinga legioni ekumi nebiri? Kale binatu- 54
kirira bitya ebyawandikibwa nti kigwanira
okuba bwebityo? Mu kisera ekyo Isa nagamba 55
ebibina nti Muli ngabajiride omunyazi nebitala
nemigo okunkwata? Natulanga buli lunaku
mu yekalu nga njigiriza, nemutankwata. Naye 56
kino kyona kituse, banabi byebawandika era
bitukirizibwe. Awo abaigirizwa bona neba-
mwabulira, nebaduka.

Ne bali abakwata Isa, nebamutwala ewa 57
Kayafa kabona omukulu, abawandisi nabakade
gyebakung'anira. Naye Petero namuvako 58
enyuma wala, okutuka mu kigango kya kabona
omukulu, naingira munda, natula nabawereza,
alabe webinakira. Naye bakabona abakulu 59
nabomulukiko bona nebanonya obujulirwa
obwobulimba ku Isa, balyoke bamute; nebatabu- 60
laba, newakubade ngabajulirwa abobulimba
bangi abaja. Naye oluvanyuma nebaja babiri,
nebagamba nti Ono yagamba nti Nyinza 61
okumenya yekalu ya Katonda, nokugizimbira
enaku esatu. Kabona omukulu naimirira, 62
namugamba nti Toyanukula na katono?
kigambo ki bano kyebakulumiriza? Naye Isa 63
nasirika. Kabona omukulu namugamba nti
Nkulaiza Katonda omulamu, tubulire obanga
gwe Masiya, Omwana wa Katonda. Isa namu- 64
gamba nti Oyogede: naye mbagamba nti
Okusoka lero muliraba Omwana womuntu
ngatude ku mukono ogwadyo ogwamanyi,

65 ngajira ku bire ebyegulu. Awo Kabona omu-
kulu nayuza ebyambalobye, nagamba nti Avode
Katonda: twagalira ki nate abajulirwa? laba,
muwulide kakano obuvozibwe: mulowoza
66 mutya? Nebadamu nebagamba nti Agwanide
67 kufa. Awo nebamuwandira amalusu mu
masoge, nebamukuba ebikonde: abalala nebamu-
68 kuba empi, nga bagamba nti Tulagule, Masiya:
ani akukubye?
69 Naye Petero yali atude bweru mu kigango:
omuwala naja gyali, nagamba nti Nawe wali
70 wamu ne Isa Omugaliraya. Naye neyeganira
mu maso ga bona, ngagamba nti Kyogamba
71 sikimanyi. Naye bweyafuluma okutuka mu
kisasi, (omuwala) omulala namulaba nagamba
abantu abali awo nti Nono yali wamu ne Isa
72 Munazalesi. Neyegana nate, nalaira nti Omu-
73 ntu oyo simumanyi. Newaitawo ebanga tono,
abali baimiride awo nebaja nebagamba Petero
nti Mazima nawe oli munabwe; kubanga enjoge-
74 rayo ekutegezeza. Awo natanula okukolima
nokulaira nti Omuntu oyo simumanyi. Ama-
75 ngwago enkoko nekokolima. Petero najukira
ekigambo Isa kyeyagamba nti Enkoko eneba
tenaba kukokolima ononeganira emirundi esatu.
Nafuluma ebweru, nakaba nyo amaziga.

27.

1 Naye obudde bwebwakya, bakabona abakulu
bona nabakade babantu nebatesa wamu ebya
2 Isa okumu'ta: nebamusiba, nebamutwala, ne-
bamuwayo eri Pirato owesaza.
3 Awo Yuda, eyamulyamu olukwe, bweyalaba
ngomusango gumusinze, neyejusa, nabadiza

bakabona abakulu nabakade ebitundu ebyo
amakumi asatu ebya feza, ngagamba nti Nayo- 4
nona okulyamu olukwe omusai ogutalina kabi.
Naye bo nebamugamba nti Guno (guli) kufe?
musangogwo. Efeza nazisula mu yekalu, nafu- 5
luma, nagenda neyetuga. Naye bakabona 6
abakulu nebatwala ebitundu biri ebya feza,
nebagamba nti Kya muzizo okubiteka mu
gwanika lya Katonda, kubanga muwendo
gwomusai. Nebatesa, nebazigulamu olusuku 7
lwomubumbi, okuzikangamu abagenyi. Olu- 8
suku luli kyeruva luitibwa olusuku lwomusai,
ne kakano. Awo lwekyatukirira ekyayoge- 9
rerwa mu nabi Yeremiya, ngagamba nti Neba-
twala ebitundu ebya feza amakumi asatu,
omuwendo gwoyo gwebalamula omuwendo,
(abamu) ku bana ba Isiraeri gwebalamula; neba- 10
bigyamu olusuku lwomubumbi, nga Mukama
bweyandagira.

Naye Isa naimirira mu maso gowesaza: owe- 11
saza namubuza ngagamba nti Gwe Kabaka Wa-
bayudaya? naye Isa namugamba nti Oyogede.
Bakabona abakulu nabakade bwebamulopa, 12
natadamu na katono. Awo Pirato namugamba 13
nti Towulira bigambo bino byebakulumiriza
bwebiri? Naye teyamudamu na kigambo na 14
kimu: owesaza nokwewunya neyewunya nyo.
Naye ku mbaga owesaza yalina empisa oku- 15
sumululiranga ekibina omusibe omu, gwebaya-
galanga. Era mu biro ebyo balina omusibe 16
omumanyi, aitibwa Balaba. Awo bwebaku- 17
ng'ana, Pirato nabagamba nti Aliwa gwemwagala
mubasumululire? Balaba, oba Isa aitibwa Ma-
siya? Kubanga yamanya nga bamuwesezayo 18
bugya. Naye bweyatula ku ntebe eyemisango, 19

mukaziwe namutumira, ngagamba nti Omuntu oyo omutukirivu tomukola kintu na katono: kubanga nalumidwa lero bingi mu kiroto kululwe.
20 Naye bakabona abakulu nabakade nebabulirira
21 ebibina okusaba Balaba, bazikirize Isa. Naye owesaza nadamu nabagamba nti Kwabo bombi aliwa gwemwagala mubasumululire? Nebagamba
22 nti Balaba. Pirato nabagamba nti Kale namukola ntya Isa aitibwa Masiya? Bona nebaga-
23 mba nti Akomererwe. Naye nagamba nti Lwaki? ekibi kyakoze kiriwa? Naye nebaka-
24 yana nyo, nebagamba nti Akomererwe. Naye Pirato bweyalaba nga tasobole na katono, era nga bainze kukayana, natola ama'zi, nanaba mu ngalo mu maso gekibina ngagamba nti Nze siriko kabi olwomusai gwomuntu ono omutuki-
25 rivu: musango gwamwe. Abantu bona nebadamu nebagamba nti Omusaigwe (gubere) kufe,
26 ne ku bana bafe. Awo nabasumululira Balaba: naye Isa namukuba emigo nalyoka amuwayo okukomererwa.
27 Awo baserikale bowesaza nebatwala Isa mu kigango ekyemisango, nebamukung'anyizako eki-
28 tongole kyona. Nebamwambula, nebamwa-
29 mbaza olugoye olumyufu. Nebaluka engule eyamagwa, nebagisa ku mutwegwe, nolumuli mu mukonogwe ogwadyo; nebafukamira mu masoge, nebamudulira, nga bagamba nti Mire-
30 mbe, Kabaka Wabayudaya! Nebamuwandira amalusu, nebatola olumuli luli nebamukuba mu
31 mutwe. Awo bwebamala okumudulira, nebamwambulako olugoye, nebamwambaza ebyambalobye, nebamutwala, okumukomerera.
32 Naye bwebali bafuluma, nebasisinkana omuntu Omukulene, erinyalye Simoni: nebamuwa-

liriza oyo yetike omusalabagwe. Bwebatuka 33
mu kifo ekiitibwa Gologosa, amakulu gakyo 34
kifo kya kiwanga, nebamuwa omwenge oku-
nywa ogutabudwamu akalulwe: naye bweyale-
gako, natayagala kunywa. Bwebamala okumu- 35
komerera, nebagabana ebyambalobye, nga ba-
kuba akalulu: nebatula awo nebamutunulira. 36
Nebasa wagulu ku mutwegwe omusangogwe 37
oguwandikidwa nti ONO YE ISA KABAKA
WABAYUDAYA. Awo abanyazi babiri neba- 38
komererwa naye, omu ku mukono ogwadyo,
omulala ku gwa kono. Nabali baita nebamu- 39
vuma, nga banyenya emitwe gyabwe, nga baga-
mba nti, Gwamenya yekalu, agizimbira enaku 40
esatu, werokole: obanga oli Mwana wa Katonda,
va ku musalaba o'ke. Bakabona abakulu naba- 41
wandisi nabakade nebadula bwebatyo, nga baga- 42
mba nti Yalokola balala; tainza kwerokola yeka.
Ye Kabaka wa Isiraeri; ave kakano ku musa-
laba, nafe tunamukiriza. Yesiga Katonda; 43
amulokole kakano, oba amwagala: kubanga
yagamba nti Ndi Mwana wa Katonda. Aba- 44
nyazi abakomererwa naye era nabo nebamuvuma
bwebatyo.

Naye okuva ku sawa eyomukaga kyali kizi- 45
kiza kunsi yona okutuka ku sawa eyomwenda.
Obude bwebwatuka ngesawa eyomwenda Isa 46
nayogerera wagulu nedobozi dene, ngagamba
nti Eri, Eri, lama sabakasani? amakulu gakyo
nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekiku-
ndeseza? Naye abalala abali baimiridewo, 47
bwebawulira, nebagamba nti Ono aita Eriya.
Amangwago munabwe omu nadukana, natola 48
ekisumwa, nakijuza omwenge omukatufu, na-
kisa ku banda, namunywesa. Naye abalala ne- 49

bagamba nti Leka; tulabe nga Eriya anaja
50 okumulokola. Naye Isa nayogerera nate nedo-
51 bozi dene, nata omwoyogwe. Laba, egigi lye-
yekalu neriyulikamu wabiri okuva wagulu oku-
tuka wansi; ensi nekankana; enjazi nezatika;
52 entana nezibikuka; emirambo mingi egyabatu-
53 kuvu abali bebase negizukizibwa; nebava mu
ntana bweyamala okuzukira, nebaingira mu ki-
54 buga ekitukuvu, abantu bangi nebabalaba. Na-
ye omwami wekitongole, na bali abali naye nga
batunulira Isa, bwebalaba ekikankano, nebiga-
mbo ebibadewo, nebatya nyo, nebagamba nti
55 Mazima ono abade Mwana wa Katonda. Wa-
liwo nabakazi bangi abaimirira ewala nga bale-
ngera, abaitanga ne Isa okuva Egaliraya, abamu-
56 werezanga: mwabo mwalimu Malyamu Maga-
dalene, ne Malyamu nyina Yakobo ne Yose,
ne nyina wabana ba Zebedayo.
57 Naye obude bwali buwungera, naja omuntu
omugaga, eyava Alimasaya, erinyalye Yusufu,
58 era naye yali muigirizwa wa Isa: oyo nagenda
eri Pirato, nasaba omulambo gwa Isa. Awo
59 Pirato nalagira okugumuwa. Yusufu natwala
60 omulambo, naguzinga mu bafuta enjeru, nagu-
teka mu ntanaye empya, gyeyasima mu lwazi:
nayiringisa ejinja dene (nalisa) ku mulyango
61 gwentana, nagenda. Waliwo Malyamu Maga-
dalene, ne Malyamu owokubiri, nga batude mu
maso gentana.
62 Naye enkya, lwe (lunaku) olwadirira Olwo-
kutekateka, bakabona abakulu Nabafalisayo
63 nebakung'anira ewa Pirato, nebagamba nti
Omwami, tujukide omulimba oyo nti yagamba
ngakyali mulamu nti Enaku bweziriitawo esatu
64 ndizukira. Kale lagira bakumire dala amalalo

okutusa ku lunaku olwokusatu, abaigirizwabe batera okuja okumu'ba, bagambe abantu nti Azukide mu bafu: era okukyama okwoluvanyuma kulisinga kuli okwasoka. Pirato nabagamba nti Mulina abakumi: mugende, mugakumire dala nga bwemuinza. Nabo nebagenda, nebagakumira dala amalalo, ejinja nebalisako akabonero, nabakumi nga webali.

28.

NAYE olunaku olwa sabiti bwerwali lugenda okugwako, (ngolunaku) olwoluberyeberye olwomusanvu lunatera okukya, Malyamu Magadalene ne Malyamu owokubiri nebaja okulaba amalalo. Laba, newabawo ekikankano ekinene kunsi; kubanga malaika wa Mukama yava mu gulu, naja nayiringisa ejinja okuligyawo, nalitulako. Naye ekifananyikye kyali nga kumyansa, nengoyeze zali zitukula ngomuzira: era entisaye nekankanya abakumi, nebaba nga bafude. Naye malaika nadamu nagamba abakazi nti Mwe temutya: kubanga manyi nga munonya Isa eyakomererwa. Tali wano; kubanga azukide, nga bweyagamba. Muje, mulabe ekifo Mukama weyagalamira. Mugende mangu, mubulire abaigirizwabe nti Azukide mu bafu; laba, abakulembera (okugenda) Egaliraya; gyemulimulabira: laba, mbabulide. Nebava mangu ku ntana, nentisa nesanyu lingi, nebadukana okubulira abaigirizwabe. Laba, Isa nabasisinkana, nagamba nti Mirembe. Nebaja nebamukwata ebigere, nebamusinza. Awo Isa nabagamba nti Temutya: mugende mubulire baganda bange bagende Egaliraya, gyebalindabira.

11 Naye bwebali bagenda, laba abakumi abamu nebaja mu kibuga, nebabulira bakabona abakulu
12 byona ebibadeyo. Nebakung'ana wamu nabakade, nebatesa wamu, nebababawera baserikale
13 efeza nyingi, nebagamba nti Mugambanga nti Abaigirizwabe baja ekiro, nebamu'ba fe nga
14 twebase. Naye ekigambo kino bwekiribulirwa owesaza, fe tulimubulirira, namwe tulibagyako
15 omusango. Nabo nebatwala efeza, nebakola nga bwebawererwa: ekigambo kino nekibuna mu Bayudaya, okutusa lero.
16 Naye abaigirizwa ekumi nomu nebagenda
17 Egaliraya, ku lusozi Isa gyeyabalagira. Bwebamulaba nebamusinza: naye abalala nebabusa-
18 busa. Isa naja nayogera nabo, nagamba nti Mperedwa obuinza bwona mu gulu ne kunsi.
19 Kale mugende, mufule amawanga gona abaigirizwa, nga mubabatiza okuingira mu linya lya
20 Kitafe Nomwana Nomwoyo Omutukuvu; nga mubaigiriza okukwata byona byenabalagira mwe: era, laba, nze ndi wamu namwe enaku zona, okutusa emirembe gino lwegirigwawo.

ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA MA'KO.

1.

Okusoka kwenjiri ya Isa Masiya, Omwana wa Katonda. 1

Nga bwekyawandikibwa mu nabi Isaya nti 2

Laba, nze ntuma omubaka wange mu masogo,
Alirongosa olugudolwo;

Edobozirye ayogerera wagulu mu lukola nti 3

Mulongose olugudo lwa Mukama,
Mulung'amye amakuboge;

Yokana yaja eyabatiza mu lukola nabulira 4
okubatizibwa okwokwenenya olwokugyibwako
ebibi. Nensi yona Eyebuyudaya Nabeyerusa- 5
lemi bona nebavayo nebaja gyali nebabatizibwa
ye mu muga Yolidani nga batula ebibi byabwe.
Ne Yokana yayambalanga byoya bya ng'amira 6
nolukoba lwediba mu kiwatokye, ngalya nzige
nomubisi gwenjuki ezomunsiko. Nabulira nga- 7
gamba nti Aja enyuma wange yansinga amanyi,
so sisanira kukutama kutugulula lukoba lwa
ngatoze. Nze nababatiza nama'zi, naye oyo 8
alibabatiza Nomwoyo Omutukuvu.

Awo olwatuka mu naku ezo Isa nava Enaza- 9
lesi Ekyegaliraya naja okubatizibwa Yokana mu
Yolidani. Amangwago bweyava mu ma'zi na- 10
laba egulu nga liyulise nomwoyo (ngali) ngejiba 11
ngaka kuye: nedobozi nerifuluma mu gulu

(erigamba nti) Gwe Mwana wange gwenjagala, gwensanyukira enyo.
12 Amangwago Omwoyo namugobera mu lukola.
13 Namalayo mu lukola enaku amakumi ana ngakemebwa Setani; naba wamu nensolo; bamalaika nebamuwereza.
14 Awo oluvanyuma Yokana ngamaze okuwebwayo, Isa naja Egaliraya, ngabulira enjiri ya
15 Katonda, ngagamba nti Ekisera kituse, obwakabaka bwa Katonda busembede, mwenenye, mukirize enjiri.
16 Bweyali ngaita ku lubalama lwenyanja Eyegaliraya nalaba Simoni ne Andereya muganda wa Simoni nga basula omugonjo mu nyanja,
17 kubanga bali bavubi. Isa nabagamba nti Muje
18 muite nange, ndibafula abavubi babantu. Amangwago nebalekawo emigonjo nebagenda naye.
19 Bweyasemberayo mu maso katono, nalaba Yakobo omwana wa Zebedayo ne Yokana mugandawe, abo bombi bali mu lyato nga bayunga
20 emigonjo. Amangwago nabaita: nebalekawo kitabwe Zebedayo nabo abakolera empera mu lyato, nebamugoberera.
21 Nebaingira Ekaperenaumu; amangwago ku lunaku lwa sabiti naingira mu kung'aniro nai-
22 giriza. Nebawunikirira olwokuigirizakwe: kubanga yabaigiriza nga ye nyini buinza, so si nga
23 bawandisi. Amangwago mu kung'aniro lyabwe
24 mwalimu omuntu aliko omuzimu omubi; negukaba nga gugamba nti Tuvunana ki fe nawe, Isa Owenazalesi? oze kutuzikiriza? nkumanyi
25 gwe, gwoli Mutukuvu wa Katonda. Isa nagubogolera ngagamba nti Bunira, muveko. Omu-
26 zimu omubi negumutagula negukaba edo-
27 bozi dene negumuvako. Nebewunya bona,

nebebuzaganya nga bagamba nti Kiki kino? okuigiriza kugya! alagira nobuinza emizimu emibi negimuwulira. Amangwago etutumolye 28
neribuna ensi yona eriranye Egaliraya.

Amangwago bwebafuluma mu kung'aniro ne- 29
bagenda wamu ne Yakobo ne Yokana mu nyumba ya Simoni ne Andereya. Awo nyina mukazi 30
wa Simoni yali ngagalamide ngalwade omusuja; amangwago nebamubulira bwali: naja 31
namukwata ku mukono namugolokosa, omusuja negumuwonako, nabawereza.

Awo olwegulo, enjuba ngegude, nebamuletera 32
abalwade bona, nabo abaliko emizimu. Nekibu- 33
ga kyona nekikung'anira ku wankaki. Nawonya 34
bangi abali balwade endwade nyingi, nagoba emizimu mingi, natagiganya kwogera kubanga gyamumanya.

Awo mu makya enyo, nga bukyali kiro, nago- 35
lokoka nafuluma, nagenda mu lokola, nasabira eyo. Simoni nabo abali naye nebamugoberera; 36
nebamulaba nebamugamba nti Bona bakunonya. 37
Nabagamba nti Tugende awalala mu byalo ebiri 38
okumpi mbulire neyo; kubanga ekyo kyenajirira. Naingira mu makunganiro gabwe mu Galiraya 39
yona, ngabulira ngagoba emizimu.

Omugenge naja gyali, ngamwegairira nga- 40
mufukamirira, ngamugamba nti Bwoyagala, oinza okunongosa. Namusasira nagolola omuko- 41
nogwe namukwatako namugamba nti Njagala; longoka. Amangwago ebigengebye nebimuwona- 42
ko nalongoka. Namukutira nyo, amangwago 43
namusindika namugamba nti Laba tobulirako 44
muntu; naye genda weyoleke eri kabona, oweyo olwokulongokakwo Musa byeyalagira okuba omujulirwa gyebali. Naye nafuluma, nasoka okuki- 45

bulira enyo nokubunya ekigambo, nokuinza natainza (Isa) okuingira nate mu kibuga mu lwatu, naye yali bweru mu nkola; nebaja gyali nga bava wona wona.

2.

1 Awo enaku bwezaitawo naingira nate mu
2 Kaperenaumu, nekiwulirwa ngali munju. Ne-
bakung'ana bangi, nokugyawo nebatagyawo nate
newakubade mu mulyango: nabagamba ekiga-
3 mbo. Nebaja abaleta omulwade akozimbye
4 nga bamwetise bana. Naye bwebalemwa oku-
musemberera olwekibina, nebabikula wagulu
ku nyumba weyali: nebawumula nebamusiza ku
5 kitanda kweyali agalamide akozimbye. Isa bwe-
yalaba okukiriza kwabwe nagamba akozimbye nti
6 Mwana wange, ebibibyo bikugyidwako. Naye
waliwo abawandisi abamu nga batude nga balo-
7 woza mu mitima gyabwe nti Ono kiki ekimwo-
geza bwatyo? Avola: ani ainza okugyako ebibi
8 wabula omu, ye Katonda? Amangwago Isa
bweyategera mu mwoyogwe nga balowoza bwe-
batyo munda yabwe nabagamba nti Kiki ekiba-
9 lowozesa ebyo mu mitima gyamwe? Ekyangu
kiriwa, okugamba akozimbye nti Ebibibyo biku-
gyidwako; nantiki okugamba nti Golokoka,
10 wetike ekitandakyo, ogende? Naye mumanye
nga Omwana womuntu alina obuinza kunsi
11 okugyako ebibi [nagamba akozimbye nti] Nkuga-
mba, Golokoka, wetike ekitandakyo, odeyo mu
12 nyumbayo. Nagolokoka, neyetika amangwago
ekitanda, nafuluma mu maso gabwe bona; awo
nebewunya bona nebamugulumiza Katonda nga
13 bagamba nti Tetulabangako bwetuti. Navawo

nate nagenda ku lubalama lwenyanja; ebibina byona nebaja wali, nabaigiriza. Awo bweyali 14
ngaita, nalaba Levi omwana wa Alifayo ngatude mu gwolezo, namugamba nti Ita nange. Nagolokoka naita naye. Awo bweyali nga- 15
tude mu nyumba yoyo ngalya, abawoza bangi nabalina ebibi nebatula wamu ne Isa nabaigirizwabe; kubanga bali bangi, abagenda naye. Abawandisi abomu Bafalisayo bwebamulaba nga- 16
lya wamu nabalina ebibi nabawoza, nebagamba abaigirizwabe nti Alya era anywera wamu nabawoza nabalina ebibi. Awo Isa bweyawulira 17
nabagamba nti Abalamu tebetaga musawo, wabula abalwade: saja kuita batukirivu wabula abalina ebibi.

Awo abaigirizwa ba Yokana Nababafalisayo 18
bali nga basiba; nebaja nebamugamba nti Kiki abaigirizwa ba Yokana nabaigirizwa Babafalisayo ekibasibya, abaigirizwabo nga tebasiba? Isa nabagamba nti Abana bobugole bainza batya 19
okusiba awasiza omugole ngali nabo? mu biro byona nga balinaye awasiza omugole, tebainza kusiba. Naye enaku zirituka, awasiza omugole lwa- 20
libagyibwako, nebalyoka basiba ku lunaku olwo. Tewali muntu atunga ekiwero ekyolugoye olugya 21
ku kyambalo ekikade; obanga si bwekityo kiri ekyokukizibawo kikutula kiri, ekikade ekigya, ekituli nekyeyongera. Era tewali muntu afuka 22
omwenge omusu mu maliba amakade: obanga si bwekityo omwenge gwabya amaliba, omwenge negufafagana namaliba; naye omwenge omusu (gufukibwa) mu maliba magya.

Awo olwatuka yali ngatambula mu nimiro ku 23
lunaku lwa sabiti; abaigirizwabe nebatanula okugenda nga banoga ebirimba. Abafalisayo 24

nebamugamba nti Laba, kiki ekibakoza ekyomu-
25 zizo ku lunaku lwa sabiti? Nabagamba nti Temusomangako Daudi kyeyakola, bweyali nga yetaga, nalumwa enjala ye nabo beyalinabo?
26 Bweyaingira mu nyumba ya Katonda, Abiasali bweyali nga ye kabona omukulu, nalya emigati egyokulaga, egyomuzizo okulibwako wabula
27 bakabona, nagiwa ne beyalinabo? Nabagamba nti Sabiti yabawo kulwa muntu, so omuntu si
28 kulwa sabiti: bwekiti Omwana womuntu ye mukama wa sabiti nayo.

3.

1 NAINGIRA nate mu kung'aniro; mwalimu
2 omuntu eyalina omukono ogukaze. Nebamulabirira nganamuwonyeza ku lunaku lwa sabiti,
3 era bamulope. Namugamba omuntu eyalina
4 omukono ogukaze nti Imirira wakati awo. Awo nabagamba nti Kye kirungi ku lunaku lwa sabiti okukola obulungi nantiki okukola obubi? kuwonya bulamu nantiki kuta? Naye nebasirika
5 busirisi. Bweyabetoloza amaso nobusungu, nganakuwade olwokukakanyala kwemitima gyabwe, nagamba omuntu nti Golola omukonogwo.
6 Nagugolola: omukonogwe neguwona. Amangwago Abafalisayo nebavamu nebatesa Nabakerodiani kuye, bwebanamuzikiriza.
7 Awo Isa nabaigirizwabe nebagenda ku nyanja, ebibina bingi nebimugoberera ebyava Ega-
8 liraya Nebuyudaya Neyerusalemi ne Idumaya nemitala wa Yolidani, nabaliranye Etulo ne Sidoni, ekibina kinene, bwebawulira byeyakola,
9 nebaja gyali. Nagamba abaigirizwabe eryato etono okumuvanga okumpi olwebibina baleme

okumunyigiriza; kubanga yabawonya bangi, no- 10
kugwa (abalwade) nebamugwako bamukwateko,
bona abali balina ebibonobono. Emizimu emibi 11
nagyo bwegyamulaba negigwa mu masoge negi-
kaba nga gigamba nti Gwe Mwana wa Katonda.
Nagikutira nyo gireme okumwatikiriza. 12

Awo nalinya ku lusozi nabaita gyali bayagala 13
yeka: nebagenda gyali. Nayawulamu ekumi 14
nababiri okuberanga awamu naye, era abatume-
nga okubulira, nokuba nobuinza okugobanga 15
emizimu: Simoni namutuma erinya Petero; 16, 17
ne Yakobo omwana wa Zebedayo, ne Yokana,
muganda wa Yakobo; nabo nabatuma amanya
Boanerege, amakulu galyo nti Bana ba kududu-
ma: ne Andereya ne Firipo, ne Batolomayo, ne 18
Matayo, ne Tomasi, ne Yakobo omwana wa
Alifayo, ne Sadayo, ne Simoni Omukananayo, 19
ne Yuda Isikalyota, ye yamulyamu olukwe.

Naja mu nyumba, ekibina nekikung'ana nate, 20
nokuinza nebatainza na kulya mere. Awo 21
ababe bwebawulira nebafuluma okumukwata,
kubanga bagamba nti Alaluse. Awo abawa- 22
ndisi abaserengeta okuva Eyerusalemi neba-
gamba nti Alina Beerezebuli, era nti Agoba
emizimu kubwa mukulu wa mizimu. Nabaita 23
gyali, nabagambira mu ngero nti Setani ainza atya
okugoba Setani? Obwakabaka bwebwawukanamu 24
bwo bwoka, obwakabaka obwo tebuinza kuimirira.
Nenyumba bweyawukanamu yo yoka, enyumba 25
eyo teriinza kuimirira. Era obanga Setani yego- 26
lokokedeko ye yeka, nayawukanamu, tainza kui-
mirira, naye agwawo. Naye tewali muntu ainza 27
okuingira mu nyumba yomuntu owamanyi oku-
nyaga ebintubye, nga tasose kumusiba oyo
owamanyi, nalyoka anyaga enyumbaye. Mazima 28

mbagamba nti Abana babantu balisonyibwa ebibi byabwe byona, nobuvozi bwabwe bwebalivola
29 bwona; naye ye yena alivola Omwoyo Omutukuvu talina kusonyibwa emirembe nemirembe, naye aziza omusango ogwekibi ekyemirembe ne-
30 mirembe: kubanga bayogera nti Alina omuzimu omubi.
31 Awo nyina ne bagandabe nebaja, nebamutumira nebamuita nga baimiride wa bweru.
32 Nekibina kyali kitude nga bamwetolode; nebamugamba nti Laba, nyoko ne bagandabo bali
33 wa bweru bakunonya. Nabadamu ngagamba
34 nti Mange yani ne baganda bange? nabetoloza amaso abali batude enjuwi zona nga bamwetolode nagamba nti Laba, mange ne baganda
35 bange! Kubanga buli muntu yena alikola Katonda byayagala, oyo ye muganda wange, ye mwanyinaze, ye mange.

4.

1 Ate natanula okuigiriza ku lubalama lwenyanja. Ekibina kinene nyo nekikung'anira wali, nokusabala nasabala mu lyato, natula mu nyanja; ekibina kyona nekibera ku nyanja ku
2 tale. Nabaigiriza bingi mu ngero, nabagamba
3 mu kuigirizakwe nti Muwulire; laba, omusizi
4 nafuluma okusiga: awo olwatuka bweyali ngasiga, ezimu nezigwa ku mabali gekubo, enyonyi
5 nezija nezizirya. Nendala nezigwa awali enjazi awatali taka lingi; amangwago nezimera,
6 kubanga etaka teryali gwanvu: enjuba bweyayaka, neziwotokerera; era kubanga tezalina mizi,
7 nezikala. Endala nezigwa awali amagwa, amagwa negaloka, negazinyigiriza nezitabala bibala.

Endala nezigwa ku taka edungi, nezibala ebibala 8
nebikula nebyeyongera; nezizala okutusa ama-
kumi asatu, era okutusa enkaga, era okutusa
ekikumi. Nagamba nti Alina amatu agokuwulira, 9
awulire.

Awo bweyali yeka, abo abali bamwetolode 10
nekumi nababiri nebamubuza engero. Naba- 11
gamba nti Mwe mwawebwa ekyama kyo-
bwakabaka bwa Katonda: naye bali abebweru,
byona bibaberera mu ngero: bwebalaba balabe, 12
nebatetegereza; era bwebawulira bawulire,
nebatategera; mpozi baleme okukyuka nate,
okusonyibwa. Nabagamba nti Temumanyi lu- 13
gero luno? kale mulitegera mutya engero zona?
Omusizi asiga kigambo. Bano be bokuma- 14, 15
bali gekubo, ekigambo wekisigibwa; awo bwe-
bawulira, amangwago Setani naja nagyamu
ekigambo ekyasigibwa mubo. Ne bano bweba- 16
tyo be bali abasigibwa awali enjazi, abo, bweba-
wulira ekigambo, amangwago bakikiriza ne-
sanyu; nebataba na mizi mubo, naye balwawo 17
ekisera ekitono; awo bwewabawo okulaba ena-
ku oba kuiganyizibwa olwekigambo, amangwago
besitala. Nabalala be bali abasigibwa awali 18
amagwa; abo, bebawulira ekigambo, awo emita- 19
wana gyensi nobulimba bwobugaga, nokwegomba
kwebirala byona bwebiingira binyigiriza ekiga-
mbo, nekitabala: nabo be bali abasigibwa awali 20
etaka edungi; abawulira ekigambo, abakikiriza,
ababala ebibala amakumi asatu, nenkaga, neki-
kumi.

Nabagamba nti Etabaza eretebwa okutekebwa 21
munda wekibo, nantiki munda wekitanda, nete-
tekebwa wagulu ku kikondo? Kubanga tewali 22
kikwekebwa, naye kirimanyibwa; newakubade

23 ekyakisibwa, naye kirirabika lwatu. Buli alina
24 amatu agokuwulira, awulire. Nabagamba nti Mwekume kyemuwulira: mu kigero mwemugera namwe mwemuligererwa: era mulyongerwako.
25 Kubanga alina aliwebwa: natalina aligyibwako nekyo kyalinakyo.
26 Nagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bwe-
27 buti, ngomuntu bwayiwa ensigo ku taka; neyebaka nagolokoka ekiro nemisana, nensigo nemeruka nekula, ye nga tamanyi bwemeruse. Ensi
28 ebala yoka, okusoka kalagala, ate kirimba, ate
29 ng'ano enkulu mu kirimba. Naye emere bweyengera, amangwago asako ekiwabyo, kubanga okukungula kutuse.
30 Nagamba nti Tunabufananya tutya obwakabaka bwa Katonda? Nantiki tunabunyonyolera
31 ku kifananyi ki? Bufanana ngakaweke aka kaladali, ako, bwekasigibwa ku taka, newakubade nga ke katono okukira ensigo zona eziri munsi,
32 naye bwekasigibwa, kakula, kaba kanene okukira enva zona, kasula amatabi amanene; awo era enyonyi ezomubanga neziinza okutula wansi wekisikirize kyagwo.
33 Nabagamba ekigambo mu ngero nyingi nge-
34 zo, nga bwebainza okukiwulira: teyayogera nabo awatali lugero: naye nategezanga abaigirizwabe ye byona mu kyama.
35 Awo ku lunaku olwo bwebwali buwungede, nabagamba nti Tuwunguke tutuke emitala weri.
36 Bwebaleka ekibina, nebamutwalira mu lyato, nga bweyali. Era namato amalala gali naye.
37 Awo omuyaga mungi neguja, amayengo negayika mu lyato, neryato lyali nga ligenda okujula.
38 Ye ye nyini yali yebase mu kiwenda ku kigugu, nebamuzukusa, nebamugamba nti Omuigi-

riza, tofayo nga tufa? Nazukuka, nagubogolera 39
omuyaga, nagigamba enyanja nti Sirika, teka.
Omuyaga negukakana, neba ntefu nyo. Naba- 40
gamba nti Kiki ekibatisa? Temunaba kuba na
kukiriza? Nebatya entisa nene, nebagamba- 41
gana nti Kale ono yani, kubanga omuyaga
nenyanja bimuwulira?

5.

Nebatuka emitala wenyanja munsi Yabage- 1
rasene. Bweyava mu lyato, amangwago omuntu 2
eyaliko omuzimu omubi eyava mu ntana namu-
sisinkana, eyasulanga mu ntana; songa tewakya- 3
li muntu ainza kumusiba, newakubade mu luje-
gere, kubanga emirundi mingi yatekebwako mu 4
masamba, ne mu njegere, enjegere nazikutula,
namasamba nagamenyamenya: so newataba
muntu wa manyi okumusobola. Naye bulijo, 5
ekiro nemisana, yakabiranga mu ntana ne ku
nsozi, neyesala namainja. Bweyalengera Isa 6
ngakyali wala, nadukana namusinza; nakaba 7
nebodozi dene ngagamba nti Nvunana ki nze
nawe, Isa Omwana wa Katonda, ali wagulu
enyo? Nkulaiza Katonda, tombonereza. Ku- 8
banga yagugamba nti Va ku muntu, gwe omuzi-
mu omubi. Namubuza nti Erinyalyo gwani? 9
namugamba nti Erinya lyange Legioni; kuba-
nga tuli bangi. Namwegairira nyo aleme oku- 10
gigoba munsi eyo. Awo ku lusozi waliwo egana 11
lyembizi dene nga zirya. Negimwegairira, nga 12
gimugamba nti Tusindike mu mbizi tuziingire-
mu. Nagikiriza. Emizimu emibi negivamu, 13
negiingira mu mbizi: egana nerifubutuka neri-
serengetera ku banga mu nyanja, zali nga nkumi

14 biri, nezifira mu nyanja. Awo abali bazirunda
nebaduka, nebabulira abomukibuga, nabomu-
15 byalo, nebaja okulaba ebibadeyo bwebiri. Ne-
batuka awali Isa, nebalaba eyaliko emizimu nga-
tude, ngayambade ngalina amagezi, oyo eya-
16 liko legioni; nebatya. Abalaba nebabanyonyola
ebimubadeko oyo eyaliko emizimu, era nebye-
17 mbizi. Nebatanula okumwegairira okuva mu
18 nsalo zabwe. Awo bweyali ngasabala mu lyato,
oyo eyaliko emizimu namwegairira abere naye.
19 Natamuganya, naye yamugamba nti Genda eka
mu babo, obabulire bwebiri ebikulu Katonda
20 byakukolede, ne bwakusaside. Neyegendera,
natanula okubulira mu Dekapoli bwebiri ebiku-
lu Isa byeyamukolera. Abantu bona nebewunya.
21 Awo Isa bweyawunguka nate mu lyato na-
tuka emitala, ebibina bingi nebikung'anira
22 wali; ye ngali kumpi nenyanja. Omu owoku-
bakulu bekung'aniro, erinyalye Yairo naja;
23 bweyamulaba, navunama ku bigerebye, namwe-
gairira nyo ngagamba nti Omuwala wange omuto
ali kumpi nokufa: (nkwegairira) oje, omuseko
24 emikonogyo, alokoke, alamuke. Nagenda naye;
ekibina kinene- nekimugoberera, nebamunyi-
giriza.
25 Awo omukazi eyali alwalide ekikulukuto kyo-
26 musai emyaka kumi nebiri, eyatengeja enyo
eri abasawo abangi, nawayo byeyalinabyo byona,
so natabako kimugasa, naye neyeyongera bwe-
27 yongezi okulwala, bweyawulira ebigambo bya
Isa, naja enyumawe mu kibina, nakoma ku
28 kyambalokye. Kubanga yagamba nti Bwenako-
29 mako obukomi ku byambalobye, nawona. Ama-
ngwago ensulo eyomusai nekalira, nategera mu
mubirigwe ngawonyezebwa ekibonobonokye. A-

mangwago Isa bweyategera mundaye amanyi 30
agamuvudemu, nakyuka mu kibina nagamba
nti Ani akomye ku byambalo byange? Abai- 31
girizwabe nebamugamba nti Olaba ekibina bwe-
bakunyigiriza, nogamba nti Ani ankomyeko?
Neyetoloza amaso okumulaba oyo akoze ekiga- 32
mbo ekyo. Naye omukazi ngatya ngakankana, 33
ngamanyi kyabade, naja nafukamira mu masoge,
namubulira ebyamazima byona. Namugamba 34
nti Omuwala, okukirizakwo kukuwonyeza; we-
gendere nemirembe, owonere dala ekibonobono-
kyo

Awo bweyali akyayogera, abava ewomukulu 35
wekung'aniro nebaja, nga bagamba nti Omuwa-
lawo afude; onuteganyiza ki nate omuigiriza?
Naye Isa natakisako mwoyo ekigambo ekyoge- 36
dwa, nagamba omukulu wekung'aniro nti Totya,
kiriza bukiriza Nataganya muntu kugenda 37
naye wabula Petero ne Yakobo, ne Yokana,
muganda wa Yakobo. Nebatuka ku nyumba 38
yomukulu wekung'aniro, nalaba okwazirana,
nabakaba, nabakuba ebiwobe ebingi. Awo 39
bweyaingira nabagamba nti Kiki ekibaziranya
nekibakabya? omuwala tafude, naye yebase
bwebasi. Nebamusekerera nyo. Naye bweya- 40
bafulumya bona, natwala kitawe womuwala ne
nyina nabo abalinaye, naingira omuwala mwali.
Awo nakwata omukono gwomuwala, namugamba 41
nti Talisa kumi, okutegezebwa kwakyo nti
Omuwala, nkugamba nti Golokoka. Amangwago 42
omuwala nagolokoka, natambula; kubanga yali
yakamala emyaka kumi nebiri. Amangwago
nebawunikirira okuwunikirira kunene. Naba- 43
kutira nyo buli muntu yena aleme okukimanya
ekyo: nalagira okumuwa ekyokulya.

6.

1 Navayo; naja munsi yewabwe; abaigirizwabe
2 nebagenda naye. Awo sabiti bweyatuka, nata-
nula okuigiriza mu kung'aniro: abangi bweba-
muwulira nebawunikirira, nga bagamba nti
Ono ebyo yabigya wa? era nti Magezi ki gano
geyawebwa ono, era ebyamagero ebyenkanide
3 wano ebikolebwa mu mikonogye? Si ye wuno
omuba'zi, omwana wa Malyamu, muganda wa
Yakobo, ne Yose, ne Yuda, ne Simoni? Ne
banyina tetulinabo wano ewafe? Nebamwesi-
4 talako. Isa nabagamba nti Nabi tabulwa kiti-
bwa wabula munsi yabo, ne mu kikakye, ne mu
5 nyumbaye. So teyainza kukolerayo kya magero
kyona, naye yabasako emikonogye abalwade
6 batono, nabawonya. Neyewunya olwobutakiriza
bwabwe.

Neyetolola mu byalo enjuwi zona ngaigiriza.
7 Nabaita gyali ekumi nababiri, natanula okuba-
tuma kina babirye; nabawa obuinza ku mizimu
8 emibi; nabalagira obutatwala kintu kya mu kubo
wabula omugo gwoka; si mere, newakubade
ensawo, newakubade ebikomo mu nkoba zabwe,
9 naye nga bananise engato; era temwambalanga
10 kanzu biri. Nabagamba nti Buli nju yona
mwemuingiranga muberanga omwo okutusa
11 lwemulivayo. Na buli kifo kyona ekitaliba-
kiriza, obutabawulira, bwemuvangayo, muku-
nkumulanga enfufu eri mu bigere byamwe
12 okuba omujulirwa gyebali. Nebagenda neba-
13 bulira okwenenya. Nebagoba emizimu mingi,
nebasiga amafuta ku balwade bangi nebaba-
wonya.

Awo Kerode kabaka nawulira, kubanga eri- 14
nyalye lyatukiride ; nagamba nti Yokana Omu-
batiza azukide mu bafu, amanyi gano kyegava
gakolera muye. Naye abalala nebagamba nti 15
Ye Eriya. Abalala nebagamba nti Nabi, ngomu
ku banabi. Naye Kerode, bweyawulira nagamba 16
nti Yokana gwenatemako omutwe nze, yazukide.
Kubanga Kerode ye nyini yatuma, nakwata 17
Yokana, namusiba namusa mu komera olwa
Kerodiya, mukazi wa mugandawe Firipo : kuba-
nga yamuwasa. Kubanga Yokana yagamba 18
Kerode nti Si kirungi gwe okubera ne mukazi
wa mugandawo. Ne Kerodiya kyeyava amuwere- 19
ra nayagala okumu'ta, natainza ; kubanga Kerode 20
yatya Yokana, ngamumanyi nga mutukirivu
mutukuvu, namwerinda. Awo bweyamuwulira,
nabusabusa nyo ; namuwulira nesanyu. Awo 21
olunaku olulungi bwerwatuka, Kerode lweyaba-
fumbira abakungube embaga ku lunaku olwo-
kuzalibwakwe nabakulu ba serikale, nabami
Abegaliraya ; awo muwala wa Kerodiya ye nyini 22
bweyaja nazina, Kerode nabo abali batude naye
nga balya nebamusima ; awo kabaka nagamba
omuwala nti Nsaba kyoyagala kyona, nakikuwa.
Namulairira nti Kyona kyona kyononsaba, naki- 23
kuwa, newakubade ekitundu ekyobwakabaka
bwange. Awo nafuluma, nagamba nyina nti 24
Nasaba ki ? Nagamba nti Omutwe gwa Yokana
Omubatiza. Amangwago nayanguwako naja 25
eri kabaka, nasaba, ngagamba nti Njagala
ompere kakano mu lutiba omutwe gwa Yokana
Omubatiza. Awo kabaka nanakuwala nyo ; 26
naye olwebirairobye, nabo abali batude naye
nga balya, natayagala kumuma. Amangwago 27
kabaka natuma serikale omumbowa, nalagira

28 okuleta omutwegwe; nagenda namutemerako
omutwe mu komera, naletera omutwegwe mu
lutiba, naguwa omuwala, nomuwala naguwa
29 nyina. Awo abaigirizwabe bwebawulira, nebaja
nebatwala omulambogwe, nebaguteka mu ntana.
30 Abatume nebakung'anira awali Isa; neba-
mubulira ebigambo byona, byebakola, nebyeba-
31 giriza. Nabagamba nti Muje mwe mweka
kyama mu kifo eteri bantu muwumuleko katono.
Kubanga baliwo bangi abaja nabagenda, so neba-
32 taba na banga newakubade awokulira. Neba-
gendera mu lyato kyama mu kifo eteri bantu.
33 Nebabalaba nga bagenda, bangi nebabategera,
nabo abava mu bibuga byona nebadukana ku
34 lukalu, nebabasokayo. Bweyava mu lyato nala-
ba ebibina bingi, nabasasira, kubanga bali nge-
ndiga ezitalina musumba; natanula okubaigiriza
35 ebigambo bingi. Awo obude bwebwali buise,
abaigirizwabe nebaja wali, nebagamba nti Ekifo
36 kino kya lukola, ne kakano obude buise: basi-
bule, bagende mu byalo ne mu bibuga ebyoku-
37 njuwi zona begulire emere. Naye nadamu,
nabagamba nti Mwe mubawe emere. Nebamu-
gamba nti Tugende tugule emigati egyedinali
38 ebibiri tugibawe balye? Nabagamba nti Mulina
emigati emeka? mugende mugirabe. Bwebate-
gera nebagamba nti Etano, nebyenyanja bibiri.
39 Nabalagira batule bona bibina bibina ku subi
40 ebisi. Nebatula nyiriri nyiriri, ekikumi, nama-
41 kumi atano. Nakwata emigati etano nebyenya-
nja bibiri, natunulira wagulu, neyebaza, name-
nyamu emigati, nawa abaigirizwabe bagise mu
maso ga bali; nebyenyanja bibiri nabibagabira
42, 43 bona. Nebalya bona nebakuta. Nebakung'a-
nya obukunkumuka, nebujuza ebibo kumi na

bibiri, nebyenyanja. Abo abalya emigati bali 44
abasaja enkumi tano.

Amangwago nabawaliriza abaigirizwabe oku- 45
sabala mu lyato, basokeyo emitala weri Ebesi-
saida, ye amale okusibula ebibina. Awo bwe- 46
yamala okubasibula, nagenda ku lusozi okusaba.
Awo bwebwali buwungede, eryato lyali mu 47
nyanja mu buziba, ye yali yeka ku lukalu.
Awo bweyalaba nga bategana okuvuga, kubanga 48
omuyaga gwali gubafulumye mu maso, mu kisi-
simuka ekyokuna ekyekiro naja gyebali nga-
tambulira ku nyanja; yali ngagenda kubaisa: 49
naye bo, bwebamulaba ngatambulira ku nyanja,
nebalowoza okuba ekifananyi, nebakaba; kuba- 50
nga bona bamulaba, neberalikirira. Naye ama-
ngwago nayogera nabo, nabagamba nti Mugume:
nze nzuno, temutya. Nalinya mu lyato mwe- 51
bali, omuyaga negufa: nebawunikirira nyo
munda yabwe; kubanga ebyemigati tebabite- 52
gera, naye emitima gyabwe gyali mikakanyavu.

Awo bwebawunguka, nebaja munsi Eyegene- 53
saleti, nebagoba etale. Awo bwebava mu lyato, 54
amangwago nebamutegera, nebadukana nebeto- 55
lola munsi eyo yona, nebatanula okubasitulira
ku bitanda abalwade okubaleta webawulira
nga wali. Ne buli gyeyagendanga, mu bubuga, 56
oba mu bibuga, oba mu byalo, baba'sanga aba-
lwade mu butale, nebamwegairira bakomeko
bukomi ku lukugiro lwolugoyerwe: nabo aba-
mukomangako nebawona.

7.

Nebakung'anira wali Abafalisayo Nabawa- 1
ndisi abamu, abava Eyerusalemi, era abalaba 2

abaigirizwabe abamu nga balya emere yabwe
3 nengalo embi, ze zitanabidwa. Kubanga Abafalisayo, Nabayudaya bona, bwebatanabanga nyo mu ngalo zabwe, tebalyanga, kubanga
4 bakwatanga empisa ezabakade; era bwebavanga mu katale, bwebatanabanga, tebalyanga: era waliwo nebirala bingi byebawebwa okukwata, okunazanga endeku, nebibya, nentamu ezebiko-
5 mo. Abafalisayo nabawandisi nebamubuza nti Kiki abaigirizwabo ekibalobera okutambulira mu mpisa ezabakade, naye bamala galya emere
6 nengalo embi? Nabagamba nti Isaya yalagula bulungi kumwe bananfusi, nga bwekyawandikibwa nti

Abantu bano banzisamu ekitibwa kya ku mimwa,
Naye emitima gyabwe gindi wala.
7 Naye bansinziza bwerere,
Nga baigiriza amateka gabantu nga bye byokukwata.

8 Muleka eteka lya Katonda, nemukwata empisa
9 zabantu. Nabagamba nti Muganira dala bulungi eteka lya Katonda, era mukwate empisa
10 zamwe. Kubanga Musa yayogera nti Obasangamu ekitibwa kitawo ne nyoko; era nti Avu-
11 manga kitawe oba nyina, bamu'tanga busi: naye mwe mwogera nti Omuntu bwagamba kitawe oba nyina nti Kyona kyenandikuwade okukugasa ye Kolobani, ekitegezebwa nti Kitone (kya
12 Katonda); temukyamuganya okumukolera eki-
13 ntu kitawe oba nyina; mudibya ekigambo kya Katonda olwempisa zamwe, zemwaigiriza: era
14 mukola ebigambo ebirala bingi ngebyo. Ate naita ebibina, nabagamba nti Mumpulire
15 mwena, mutegere; tewali kintu ekiri ebweru

womuntu bwekiingira muye, ekiinza kumwonona,
naye ebintu ebiva mu muntu, ebyo bye bimwo-
nona omuntu. Awo bweyaingira mu nyumba 17
ngavude mu bibina, abaigirizwabe nebamubuza
olugero olwo. Nabagamba nti Bwemutyo 18
namwe temulina magezi? Temutegera nga
kyona ekiri ebweru bwekiingira mu muntu,
tekiinza kumwonona; kubanga tekiingira mu 19
mutimagwe, naye mu lubutolwe, nekiita
nekigenda mu kiigo? Yayogera bwatyo nga-
longosa ebiribwa byona. Nagamba nti Ekiva 20
mu muntu, kye kimwonona omuntu. Kubanga 21
munda, mu mitima gyabantu, muvamu ebirowo-
zo ebibi, obukaba, okuba, okuta, obwenzi, okwe- 22
gomba, obubi, obukusa, obuluvu, eriso ebi, obu-
vozi, amalala, obusiru: ebibi ebyo byona biva 23
munda, nebimwonona omuntu.

Nagolokoka, navayo nagenda ku nkingi Eze- 24
tulo Nesidoni. Naingira mu nyumba, natayagala
muntu kutegera, so natainza kwekisa.
Naye amangwago omukazi eyalina muwalawe 25
eyaliko omuzimu omubi bweyamuwulira, naja
nafukamira ku bigerebye. Omukazi yali 26
Muyonani, egwangalye Musulofoiniki. Namwe-
gairira okugoba omuzimu ku muwalawe.
Namugamba nti Leka abana bamale okukuta; 27
kubanga si kirungi okudira emere yabana oku-
gisulira embwa. Naye nadamu namugamba 28
nti Wewawo, Mukama wange: nembwa zirya
mu diro obukunkumuka bwabana. Namu- 29
gamba nti Olwekigambo ekyo, wegendere;
omuzimu guvude ku muwalawo. Nadayo mu 30
nyumbaye, nasanga omuwala ngagalamizibwa
ku kitanda nomuzimu nga guvudeko.

Ate nava ku nkingi Ezetulo, naja naita mu 31

Sidoni ne wakati mu nkingi Ezedekapoli natuka
32 ku nyanja Eyegaliraya. Nebamuletera omu-
gavu wamatu, atayogera bulungi; nebamwe-
33 gairira okumusako omukonogwe. Namugya
mu kibina kyama, namusa engalo mu matuge,
34 nawanda amalusu, namukoma ku lulimi; natu-
nulira wagulu mu gulu, nasinda, namugamba nti
35 Efasa, kwe kugamba nti Zibuka. Amatuge nega-
zibuka nenkolo yolulimirwe nesumulukuka nayo-
36 gera bulungi. Nabakutira, baleme okubulirako
muntu: naye nga bweyeyongera okubakutira,
37 bwebeyongera enyo nyini okukibunya. Neba-
wunikirira nyo nyini kitalo nga bagamba nti
Byona akoze bulungi: agula abagavu bamatu,
era abogeza abasiru.

8.

1 Awo mu naku ezo, el ibina bwebyainga obu-
ngi nate, nebataba na mere, naita abaigirizwabe,
2 nabagamba nti Mbisasira ebibina, kubanga lero
enaku esatu nga bali nange, so tebalina mere;
3 bwembasibula okudayo nga basibye enjala,
4 banazirikira mu kubo; nabamu bava wala. Aba-
igirizwabe nebamudamu nti Omuntu anainza
atya oku'kusa abantu bano emigati wano mu
5 lukola? Nababuza nti Mulina migati emeka?
6 Nebagamba nti Musanvu. Nalagira ebibina
okutula wansi: nadira emigati omusanvu, neye-
baza, namenyamu, nawa abaigirizwabe, okugi'sa
mu maso gabwe; nebagi'sa mu maso gekibina.
7 Era bali balina obwenyanja butono: nabwebaza,
8 nalagira nobwo okubu'sa mu maso gabwe. Ne-
balya neba'kuta, nebakung'anya obukunkumuka
9 obwasigalawo ebisero musanvu. Bali nge-

nkumi nya: nabasibula. Amangwago nasabala 10
mu lyato nabaigirizwabe, naja ku njuwi Ezeda-
lamanusa.

Abafalisayo nebafuluma nebaja, nebatanula 11
okumusokasoka, nga banonya gyali akabonero
akava mu gulu, nga bamukema. Nasinda nyo 12
mu mwoyogwe, nagamba nti Abemirembe gino
banonyeza ki akabonero? mazima mbagamba
nti Abemirembe gino tebaliwebwa kabonero.
Nabaleka, nasabala nate nagenda emitala weri. 13

Awo neberabira okutwala emigati, so teba- 14
linagyo mu lyato wabula omugati gumu. Na- 15
bakutira ngagamba nti Mulabe, mwekume ekizi-
mbulukusa Ekyabafalisayo nekizimbulukusa
kya Kerode. Nebebuzaganya boka, nebagamba 16
nti Tetulina migati. Isa bweyategera naba- 17
gamba nti Kiki ekibebuzaganya olwobutaba na
migati? temunalaba, so temutegera? emitima
gyamwe mikakanyavu? Mulina amaso, temu- 18
laba? mulina amatu, temuwulira? so temuju-
kira? Bwenamenyera enkumi etano emigati 19
etano, ebibo bimeka ebyajula obukunkumuka
byemwakung'anya? Nebamugamba nti Kumi
na bibiri. Era bwenamenyera omusanvu enkumi 20
enya, mwakung'anya ebisero bimeka ebyajula
obukunkumuka? Nebamugamba nti Musanvu.
Nabagamba nti Temunategera? 21

Nebaja nebatuka mu Besisaida nebamuletera 22
omuzibe wamaso, nebamwegairira okumuko-
mako. Nakwata omuzibe wamaso ku mukono, 23
namufulumya ebweru wakabuga; awo bweya-
wanda amalusu ku masoge, namusako engalo,
namubuza nti Oliko kyolaba? Natunula wagu- 24
lu, nagamba nti Ndaba abantu, kubanga ndaba
bafanana ngemiti, nga batambula. Ate namu- 25

sa engalo ku masoge nakanula okulaba, nawona,
26 nalaba byona bulungi. Namusindika ewuwe,
ngamugamba nti Toingiranga mu kabuga muno.
27 Isa nasitula nagenda nabaigirizwabe mu bu-
buga Bwekaisaliya kya Firipo. Bwebatuka
mu kubo nabuza abaigirizwabe, nabagamba
28 nti Abantu bampita okuba ani? Nebamu-
gamba nti Yokana Omubatiza: nabalala nti
29 Eriya; naye abalala nti Omu ku banabi. Ye
nababuza nti Naye mwe mumpita okuba ani?
Petero nadamu namugamba nti Gwe Masiya.
30 Nabakomako baleme okubulirako omuntu ebi-
31 gambobye. Natanula okubaigiriza nti kimu-
gwanira Omwana womuntu okubonyabonyeze-
bwa ebingi, nokuganibwa abakade, ne bakabona
abakulu, nabawandisi, noku'tibwa, nokuitawo
32 enaku esatu okuzukira. Nayogera ekigambo
ekyo mu lwatu. Petero namutwala, natanula
33 okumunenya. Naye nakyuka, nalaba abaigiri-
zwabe, nanenya Petero, ngagamba nti Da
enyuma wange, Setani: kubanga tolowoza bya
34 Katonda, wabula ebyabantu. Naita ebibina
nabaigirizwabe, nabagamba nti Omuntu bwaya-
gala okuja enyuma wange, yegane yeka, yetike
35 omusalabagwe, angoberere. Kubanga buli aya-
gala okulokola obulamubwe alibubuza; na buli
alibuza obulamubwe kulwange nolwenjiri ali-
36 bulokola. Kubanga kumugasa ki omuntu okulya
37 ensi zona, nokufirwa obulamubwe? Kubanga
omuntu yandiwadeyo -ki okununula obulamu-
38 bwe? Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze
nebigambo byange mu mirembe gino egyobwenzi
era emibi, Nomwana womuntu alimukwatirwa
ensonyi oyo lwalijira mu kitibwa kya Kitawe ne
9 bamalaika abatukuvu. Nabagamba nti Mazima

mbagamba nti Ku bano abaimiride wano waliwo abamu abatalirega ku kufa na katono, okutusa lwebaliraba obwakabaka bwa Katonda nga buja namanyi.

Awo enaku omukaga bwezaitawo Isa natwala 2
Petero ne Yakobo ne Yokana, nagenda nabo ku lusozi oluwanvu boka mu kyama: nafusibwa mu maso gabwe. Engoyeze nezakayakana ne- 3
zitukula nyo; songa tewali mwozi kunsi ainza okuzitukuza bwatyo. Awo Eriya ne Musa ne- 4
babalabikira; era bali bogera ne Isa. Petero 5
nadamu, nagamba Isa nti Labi, kye kirungi fe okubera wano; kale tusisire ensisira satu; emu yiyo, nemu ya Musa, nemu ya Eriya. Kubanga 6
yali tamanyi kyanadamu; kubanga bali batide nyo. Awo ekire nekija nekibasikiriza; edobozi 7
nerifuluma mu kire nti Ono ye Mwana wange omwagalwa: mumuwulire. Bwebakebuka ama- 8
ngwago, nebatalaba muntu nate wabula Isa yeka nabo.

Awo bwebali baka ku lusozi, nabakutira ba- 9
leme okubulirako omuntu byebalabye, wabula Omwana womuntu lwalizukira mu bafu. Neba- 10
kyekuma ekigambo ekyo nga bebuzaganya boka nti Okuzukira mu bafu kuliba kutya? Neba- 11
mubuza nga bagamba nti Abawandisi bogera nti kigwana Eriya okusoka okuja. Nabagamba 12
nti Eriya dala asoka okuja, alongosa byona: era kyawandikirwa kitya Omwana womuntu okubonyabonyezebwa ebingi nokunyomebwa? Naye 13
mbagamba nti Eriya yamala okuja, era bamukola buli kyebayagala, nga bwekyamuwandikirwa.

Awo bwebatuka eri abaigirizwabe, nebalaba 14
ekibina kinene nga kibetolode, nabawandisi nga

15 babasokasoka. Amangwago ekibina kyona bwe-
kyamulaba, nebewunya nyo, nebadukana gyali
16 nebamulamusa. Nababuza nti Mubasokasoka
17 ki? Omu mu kibina namudamu nti Omuigiriza,
nkuletede omwana wange, aliko omuzimu oguta-
18 yogera; buli gyegumutwala, gumukuba ebigwo;
abimba ejovu, aluma amanyo, akonvuba: ne-
ng'amba abaigirizwabo bagugobe; nebatsainza.
19 Nabadamu, nagamba nti Mwe abemirembe
egitakiriza, nditusa wa okubera namwe? ndi-
20 tusa wa okubagumikiriza? mumundetere. Ne-
bamuleta gyali: awo bweyamulaba, ama-
ngwago omuzimu negumutagula nyo; nagwa
21 wansi, neyekulungula, ngabimba ejovu. Nabuza
kitawe nti Kasokede bumukwata di obulwade
22 buno? Nagamba nti Bwa mu buto. Emirundi
mingi nga gumusula mu muliro ne mu ma'zi
okumu'ta: naye obanga oinza ekigambo, tusasire,
23 otubere. Isa namugamba nti Obanga oinza!
24 byona biinzika eri akiriza. Amangwago Kitawe
womwana nayogerera wagulu, nagamba nti Nzi-
25 kiriza; mbera obutakiriza bwange. Awo Isa
bweyalaba ngekibina kikung'ana mbiro, nabo-
golera omuzimu omubi, nagugamba nti Gwe
omuzimu ogutayogera, era omugavu wamatu,
nze nkulagira, muveko, tomudiranga nate na
26 katono. Awo negukaba, negumutagula nyo,
negumuvako; nafanana ngafude; nokugamba
27 abalala bangi nebagamba nti Afude. Naye Isa
namukwata ku mukono, namuimusa; naimirira.
28 Awo bweyaingira mu nyumba, abaigirizwabe
nebamubuza mu kyama nti Fe tetwainziza ku-
29 gugoba. Nabagamba nti Engeri eno teinzika
kuvako lwa kigambo wabula olwokusaba.
30 Nebavayo, nebaita mu Galiraya, natayagala

muntu yena kutegera. Kubanga yaigiriza abai- 31
girizwabe nabagamba nti Omwana womuntu
awebwayo mu mikono gyabantu, balimu'ta;
awo bwalimala oku'tibwa, era waliita enaku
esatu nazukira. Naye tebategera kigambo ekyo, 32
nebatya okumubuza.

Nebatuka Ekaperenaumu: awo bweyali ngali 33
mu nyumba nababuza nti Mubade muwakana
ki mu kubo? Naye nebasirika: kubanga bali 34
bawakana boka mu kubo nti ani omukulu. Na- 35
tula, naita ekumi nababiri, nabagamba nti Omu-
ntu bwayagala okuba owoluberyeberye, aliba
ku nkomerero ya bona, era muwereza wa bona.
Nadira omwana omuto, namuimiriza wakati 36
mubo: awo namuwambatira nabagamba nti Buli 37
alikiriza omu ku bana abato abali ng'anga ono
mu linya lyange, ngakiri'za nze: na buli muntu
yena anzikiriza nze, takiriza nze, wabula oli
eyantuma.

Awo Yokana namugamba nti Omuigiriza, 38
twalaba omuntu ngagoba emizimu mu linyalyo;
netumugana, kubanga teyaita nafe. Naye Isa 39
nagamba nti Temumuganangа: kubanga tewali
muntu alikola ekyamagero mu linya lyange
aliinza mangu okunvuma. Kubanga atali mu- 40
labe wafe ngali kulwafe. Kubanga buli muntu 41
alibanywesa mwe olwendo lwama'zi okubanga
muli ba Masiya, mazima mbagamba nti tali-
bulwa mperaye na katono. Na buli muntu 42
alisitaza omu kwabo abato abanzikiriza, wakiri
oyo okusibibwa olubengo olunene mu bulagobwe
asulibwe mu nyanja. Omukonogwo bwegukwe- 43
sitazanga, ogutemangako; wakiri gwe okuingira
mu bulamu, ngobulidwako ekitundu, okusinga
okugenda mu Geyena ngolina emikono gyombi,

45 mu muliro ogutazikira. Nokugulukwo bweku-
kwesitazanga, okutemangako, wakiri gwe oku-
ingira mu bulamu ngobulidwako okugulu oku-
singa okusulibwa mu Geyena, ngolina amagulu
47 gombi. Nerisolyo bwerikwesitazanga, oligya-
ngamu; wakiri gwe okuingira mu bwakabaka
bwa Katonda ngoli wa tulu, okusinga okusuli-
48 bwa mu Geyena, ngolina amaso gombi; envunyu
49 yabwe tefa, so nomuliro teguzikira. Kubanga
50 buli muntu alirungibwamu omuliro. Omunyo
mulungi: naye omunyo bwegugwamu ensa
muli'zamu ki? Mwe mubere nomunyo munda
wamwe, mutabagane mweka na mweka.

10.

1 Awo nagolokoka navayo, naja mu nsalo Eze-
buyudaya nemitala wa Yolidani: ebibina bingi
nebikung'anira wali nate; nga bweyaisanga na-
2 baigiriza nate. Awo Abafalisayo nebaja gyali,
nebamubuza nti Kirungi omuntu okugoba mu-
3 kaziwe? nga bamukema. Naye nadamu naba-
4 gamba nti Musa yabalagira atya? Nebagamba
nti Musa yakiriza okuwandika ebaluwa eyoku-
5 goba, aiyoke agobebwe. Naye Isa nabagamba
nti Olwobukakanyavu bwemitima gyamwe kye-
6 yava abawandikira eteka lino. Naye okuva
ku luberyeberye lwokutonda, yabatonda omusaja
7 nomukazi. Omuntu kyanavanga aleka kitawe
8 ne nyina, neyegata ne-mukaziwe; nabo bombi
baliba omubiri gumu: awo nga tebakyali babiri
9 nate, wabula omubiri gumu. Kale Katonda
kyeyagata awamu, omuntu takyawukanyanga.
10 Awo ate mu nyumba abaigirizwa nebamubuza
11 ekigambo ekyo. Nabagamba nti Buli muntu

yena anagobanga mukaziwe, nawasa omulala, ngayenze okumusobya; naye ye nyini bwana- 12
nobanga bawe, nafumbirwa omulala, ngayenze.

Awo nebamuletera abana abato, okubakoma- 13
ko: abaigirizwabe nebabajunga (ababaleta).
Naye Isa bweyalaba nasunguwala, nabagamba 14
nti Mukirize abana abato baje gyendi; so temu-
bagana; kubanga abafananaanga bano obwaka-
baka bwa Katonda bwe bwabwe. Mazima mba- 15
gamba nti Buli atalikiriza bwakabaka bwa Ka-
tonda ngomwana omuto, talibuingiramu na
katono. Nabawambatira, nabawa omukisa, nga- 16
basako emikono.

Bweyali ngagenda mu kubo, omu naja gyali 17
ngadukana, namufukamirira, namubuza nti Omu-
igiriza omulungi, nakola ntya okusikira obulamu
obutagwawo? Isa namugamba nti Ompitira ki 18
omulungi? tewali mulungi wabula omu, (ye)
Katonda. Omanyi amateka, To'tanga, Toye- 19
ndanga, To'banga, Towairizanga, Tolyazamanya-
nga, Osangamu ekitibwa kitawo ne nyoko.
Namugamba nti Omuigiriza, ebyo byona nabi- 20
kwata okuva mu buto bwange. Isa bweya- 21
mutunulira namwagala, namugamba nti Kiku-
buzeko ekigambo kimu: genda, otunde byona
byolinabyo, ogabire abavu, nawe oliba nobugaga
mu gulu: olyoke oje ongoberere. Naye natoko- 22
terera olwekigambo ekyo, nagenda nganaku-
wade; kubanga yali alina ebintu bingi.

Awo Isa neyetoloza amaso, nagamba abaigiri- 23
zwabe nti Nga kizibu abagaga okuingira mu bwa-
kabaka bwa Katonda! Abaigirizwa nebewunya 24
ebigambobye. Naye Isa nadamu nate, naba-
gamba nti Abana, nga kizibu abo abesiga obuga-
ga okuingira mu bwakabaka bwa Katonda! Kye 25

kyangu eng'amira okuita mu nyindo yempiso,
okukira omugaga okuingira mu bwakabaka bwa
26 Katonda. -Nebawunikirira nyo, nebamugamba
27 nti Kale ani ainza okulokoka? Awo Isa naba-
tunulira nagamba nti Mu bantu tekiinzika, naye
si bwekityo eri Katonda; kubanga byona biinzika
28 eri Katonda. Awo Petero natanula okumuga-
mba nti Laba, fe twaleka byona, netukugoberera.
29 Isa nagamba nti Mazima mbagamba nti
Tewali eyaleka enyumba, oba aboluganda, oba
banyina, oba nyina, oba kitawe, oba abana, oba
30 ebyalo, kulwange nolwenjiri, ataliwebwa (emiru-
ndi) kikumi mu biro bino ebya kakano, enyu-
mba, naboluganda, ne banyina ne banyabwe, na-
bana, nebyalo, nokuiganyizibwa; ne mu mirembe
31 egigenda okuja obulamu obutagwawo. Naye
bangi aboluberyeberye abaliba aboluvanyuma;
naboluvanyuma (abaliba) aboluberyeberye.
32 Bali mu kubo nga bambuka Eyerusalemi; ne
Isa yali ngabakulembede, nebewunya, nabali
bagoberera nebatya. Awo nate natwala ekumi
nababiri, natanula okubabulira ebigambo ebi-
33 genda okumubako, nti Laba twambuka Eye-
rusalemi; Omwana womuntu aliwebwayo eri
bakabona abakulu nabawandisi; balimusalira
oumsango okumu'ta, balimuwayo eri abama-
34 wanga: balimudulira, balimuwandira amalusu,
balimukuba balimu'ta; bwewaliitawo enaku satu
alizukira.
35 Awo Yakobo ne Yokana, abana ba Zebedayo,
nebasembera wali, nebamugamba nti Omu-
giriza, twagala otukolere kyona kyona kyetu-
36 nakusaba. Nabagamba nti Mwagala mbakole-
37 re ki? Nebamugamba nti Tuwe tutule, omu
ku mukonogwo ogwadyo, nomulala ku muko-

nogwo ogwa kono, mu kitibwakyo. Naye Isa 38
nabagamba nti Temumanyi kyemusaba. Mu-
inza okunywa ku ndeku gyenywako nze? oba
okubatizibwa nokubatiza kwembatizibwamu
nze? Nebamugamba nti Tuinza. Isa naba- 39
gamba nti Endeku nze gyenywako mulinywako;
nokubatiza kwembatizibwamu nze mulibatizi-
bwa; naye okutula ku mukono gwange ogwadyo 40
oba ku gwa kono, sinze nkugaba, naye kwabo
bekwategekerwa. Awo ekumi bwebawulira, ne- 41
batanula okusunguwalira Yakobo ne Yokana. Isa 42
nabaita, nabagamba nti Mumanyi ngabo abalo-
wozebwa okufuga abamawanga babafuza ama-
nyi; nabakulu babwe babatwala lwa mpaka.
Naye mumwe tekiri bwekityo: naye buli ayagala 43
okubera omukulu mumwe aliba muwereza
wamwe; na buli ayagala okuba owoluberyeberye 44
mumwe aliba mudu wa bona. Kubanga mazima 45
Omwana womuntu teyaja kuwerezebwa, wabula
okuwereza, nokuwayo obulamubwe okununula
abangi.

Awo nebatuka Eyeriko: bweyava mu Yeriko 46
nabaigirizwabe, nekibina kinene, omwana wa Ti-
mayo, Batimayo, omusabi omuzibe wamaso, yali
atude ku mabali gekubo. Awo bweyawulira 47
nga Isa Omunazalesi ye wuyo, natanula okwoge-
rera wagulu nokugamba nti Omwana wa Daudi,
Isa, onsasire. Bangi nebamubogolera okusirika: 48
naye neyeyongera nyo okwogerera wagulu nti
Omwana wa Daudi onsasire. Awo Isa naimirira 49
nagamba nti Mumuite. Nebamuita omuzibe
wamaso, nebamugamba nti Guma omwoyo;
golokoka, akuita. Naye nasula olugoyerwe, 50
nasituka, naja eri Isa. Isa namudamu, naga- 51
mba nti Oyagala nkukole ntya? Omuzibe

wamaso namugamba nti Laboni, njagala nzibule.
52 Awo Isa namugamba nti Genda; okukirizakwo kukuwonye'za. Amangwago nazibula, namugoberera mu kubo.

11.

1 Awo bwebali banatera okutuka Eyerusalemi nga batuse Ebesifage Nebesaniya, ku lusozi olwa
2 Zeituni, natuma ku baigirizwabe babiri, nabagamba nti Mugende mu kyalo ekibali mu maso: amangwago bwemunaingira omwo, munalaba omwana wendogoi esibidwa, etebagalwangako muntu na katono; mugiimbule, mugirete.
3 Omuntu bwabagamba nti Mukola ki ekyo? mugamba nti Mukama wafe yagyetaga; ama-
4 ngwago anagiwereza eno. Nebagenda, nebasanga omwana wendogoi ngesibidwa ku mulyango
5 ebweru mu lugudo; nebagiimbula. Abamu kwabo abali baimiride awo nebabagamba nti Mukola ki okuimbula omwana wendogoi?
6 Nebabagamba nga Isa bweyabagamba: nebaba-
7 leka. Nebaleta omwana wendogoi eri Isa,
8 nebagisulako engoye zabwe; nagyebagala. Bangi nebalira engoye zabwe mu kubo; abalala (nebalira) amalagala gemiti, gebatema mu nimiro.
9 Abali bakulembede nabali bava enyuma nebogerera wagulu nti Osana; Aweredwa omukisa aja
10 mu linya lya Mukama: Buweredwa omukisa obwakabaka obuja, obwa jaja wafe Daudi: Osana wagulu enyo.
11 Natuka ku Yerusalemi naingira mu yekalu, bweyamala okwetoloza amaso okulaba byona, obudde bwali nga buwungera, nafuluma nagenda Ebesaniya nekumi nababiri.

Awo bwebwakya enkya, bwebali bavude mu 12
Besaniya nalumwa enjala. Awo bweyalengera 13
omutiini oguliko amalagala, nagutukako, era
wozi alabeko ekintu: awo bweyagutukako, nata-
labako kintu wabula amalagala; kubanga sibye
byali ebiro byetini. Nadamu nagugamba nti 14
Okusoka lero okutusa emirembe nemirembe
omuntu talyanga ku bibalabyo. Abaigirizwabe
nebawulira.

Awo nebatuka Eyerusalemi, naingira mu 15
yekalu, nasoka okugoba abali batunda nabagu-
lira mu yekalu, navunika emeza ezabawanyisa
efeza, nentebe zabo abatunda amaiba; nata- 16
ganya muntu okuisa ekibya mu yekalu. Naigi- 17
riza, nabagamba nti Tekyawandikibwa nti
Enyumba yange eriitibwa nyumba ya kusabira-
ngamu amawanga gona? naye mwe mugifude
mpuku ya banyazi. Bakabona abakulu naba- 18
wandisi bwebakiwulira, nebasala amagezi bwe-
banamu'ta: kubanga bamutya, kubanga ebibina
byona bawunikirira olwokuigirizakwe.

Awo buli kawungezi yafulumanga mu kibuga. 19

Awo bwebwakya enkya bwebali nga baita, 20
nebalaba omutini nga guvude ku kikolo okukala.
Petero bweyajukira namugamba nti Labi, laba, 21
omutini gwewakolimira gukaze. Isa nadamu 22
nabagamba nti Mube nokukiriza eri Katonda.
Mazima mbagamba nti Buli aligamba olusozi 23
luno nti Sigulibwa, osulibwe mu nyanja; nga
tabusabusa mu mutimagwe naye ngakiriza nga
kyayogera kikolebwa, alikiwebwa. Kyenva mba- 24
gamba nti Ebigambo byona byona byemusaba
nokwegairira, mukirize nga mubiweredwa, era
mulibifuna. Awo bwemuimiriranga nga musa- 25
ba, musonyiwenga, bwemubanga nekigambo ku

muntu; ne Kitamwe ali mu gulu abasonyiwe
26 ebyonono byamwe. Naye bwemutasonyiwa, era
ne Kitamwe ali mu gulu talisonyiwa byonono
byamwe.
27 Ate nebatuka Eyerusalemi; awo bweyali
ngatambula mu yekalu, nebaja wali bakabona
28 abakulu nabawandisi nabakadé; nebamugamba
nti Buinza ki obukukoza bino? Oba ani eya-
29 kuwa obuinza buno okukola bino? Awo Isa
nabagamba nti Nange kambabuze mwe ekigambo
kimu, munziremu, nange nababulira mwe obuinza
30 bwebuli obunkoza bino. Okubatiza kwa Yokana
kwava mu gulu, nantiki mu bantu? munziremu.
31 Nebebuzaganya boka nga bagamba nti Bwetu-
nagamba nti Kwava mu gulu; anagamba nti
32 Kale kiki ekyabalobera okumukiriza? Naye bwe-
tunagamba nti Kwava mu bantu—batya aba-
ntu; kubanga bona bamulowoza mazima Yokana
33 okuba nabi. Nebamudamu Isa, nebamugamba
nti Tetumanyi. Isa nabagamba nti Era nange
sibabulire obuinza bwebuli obunkoza bino.

12.

1 NATANULA okwogerera nabo mu ngero. Omu-
ntu yasimba olusuku lwemizabibu, nalusitako
olukomera, nasimamu esogolero, nazimbamu
ekigo, nanyikamu abalimi, natambula munsi enda-
2 la. Awo omwaka bwegwatuka natuma omudu
eri abalimi, abalimi . bamuwe ebibala byemi-
3 zabibugye. Nebamukwata, nebamukuba, neba-
4 mugoba bwerere. Ate nabatumira omudu omu-
lala, oyo nebamwasa olubale, nebamuwemukira.
5 Natuma omulala; oyo nebamu'ta: nabalala bangi;
6 abamu nga babakuba, abalala nga baba'ta. Yali

ngakyalina omu, omwana omwagalwa: oluvanyuma namutuma gyebali, ngagamba nti Banasamu ekitibwa omwana wange. Naye abalimi bali nebagambagana boka nti Ono ye musika, kale tumu'te, nobusika buliba bwafe. Nebamukwata, nebamu'ta, nebamusula ebweru wolusuku lwemizabibu. Kale alibakola atya nanyini lusuku lwemizabibu? Alija alizikiriza abalimi, nolusuku lwemizabibu aliruwa balala. Temusomanga na katono ekyo ekyawandikibwa nti

Ejinja abazimbi lyebagana,
Eryo lyafulibwa ekulu eryokunsonda:
Ekyo kyava eri Mukama,
Era kya kitalo mu maso gafe?

Nebasala amagezi okumukwata; nebatya ebibina; kubanga bategera ngagerede kubo olugero olwo: nebamuleka, nebagenda.

Nebatuma gyali abomu Bafalisayo Nabakerodiani okumutega mu bigambo. Awo bwebaja, nebamugamba nti Omuigiriza, tumanyi gwe ngoli wa mazima, so ebigambo byomuntu yena tobisako mwoyo: kubanga tososola mu bantu, naye oigiriza ekubo lya Katonda mu mazima: kale kirungi okuwanga Kaisali omusolo, nantiki siwewawo? Tuwengayo, oba tetuwangayo? Naye bweyategera bunanfusi bwabwe, nabagamba nti Munkemera ki? mundetere edinali, ngirabe. Nebagireta. Nabagamba nti Ekifananyi kino nobuwandikeko buno byani? Nebamugamba nti Bya Kaisali. Isa nabagamba nti Ebya Kaisali mumuwenga Kaisali, nebya Katonda mumuwenga Katonda. Nebamwewunya nyo.

Awo Abasadukayo, abagamba nti tewali kuzukira, nebaja wali; nebamubuza neba-

19 gamba nti Omuigiriza, Musa yatuwandikira
nti, Muganda womuntu bwafanga, naleka mu-
kaziwe, nga talese mwana, mugandawe atwa-
langa mukaziwe, nazizawo mugandawe ezade.
20 Awo waliwo aboluganda musanvu: owolu-
beryeberye nawasa omukazi, nafa, natalekawo
21 zade; owokubiri namuwasa, nafa, era naye
22 natalekawo zade; nowokusatu bwatyo: (bona)
omusanvu nebatalekawo zade. Oluvanyūma
23 bona nga bawedewo nomukazi nafa. (Kale)
bwebalizukira aliba muka ani kubo? kubanga
24 (bona) omusanvu bamuwasa. Isa nabagamba
nti Si kyemuva mukyama nga temumanyi
ebyawandikibwa newakubade amanyi ga Kato-
25 nda? Kubanga bwebalizukira mu bafu teba-
liwasa, so tebaliwaira; naye baliba nga bama-
26 laika abomugulu. Naye ebyabafu nga bazuki-
zibwa; temusomanga mu kitabo kya Musa
ku Kisaka Katonda bweyamubulira ngagamba
nti Nze ndi Katonda wa Ibulaimu, era Katonda
27 wa Isaka, era Katonda wa Yakobo? Si Katonda
wa bafu, naye wa balamu: mukyama nyo.
28 Awo omu ku bawandisi naja nawulira nga
bebuzaganya boka, namanya ngabazemu bulu-
ngi, namubuza nti Teka ki eryoluberyeberye ku
29 gona? Isa nadamu nti Eryoluberyeberye lye
lino nti Wulira Isiraeri; Mukama Katonda wafe,
30 Mukama yomu; era yagala Mukama Katondawo
nomutimagwo gwona, nememeyo yona, namage-
31 zigo gona, namanyigo gona. Eryokubiri lye
lino nti Yagala muliranwawo nga bweweyagala
weka. Tewali teka dala erisinga ago obukulu.
32 Omuwandisi namugamba nti Mazima, Omuigi-
riza, oyogede bulungi ngali omu; so tewali mu-
33 lala wabula ye: nokumwagala nomutima gwona,

nokutegera kwona, namanyi gona, nokwagala muliranwawo nga bweweyagala weka kusinga nyo ebiwebwayo byona ebiramba ebyokebwa ne sadaka. Awo Isa bweyalaba ngamuzemu 34
ngomutegevu, namugamba nti Tobuli wala obwakabaka bwa Katonda. Awo newataba muntu ayang'anga okumubuza nate.

Isa nadamu nagamba ngaigiriza mu yekalu 35
nti Abawandisi ekibagambya ki nti Masiya mwana wa Daudi? Daudi ye nyini yagamba 36
mu Mwoyo Omutukuvu nti

Mukama yagamba Mukama wange nti
Tula ku mukono gwange ogwadyo,
Okutusa lwendifula abalabebo entebe yebigerebyo.

Daudi ye nyini amuita Mukamawe, abera atya 37
omwanawe? Abomukibina nebamuwulira nesanyu.

Awo mu kuigirizakwe nabagamba nti Mweku- 38
me abawandisi abagala okutambula nga bambade engoye empanvu, nokulamusibwa mu butale, nentebe ezokumanjo mu makung'aniro nebifo 39
ebyekitibwa mu mbaga; abalya enyumba za ba- 40
namwandu, era abasaba enyo mu bunanfusi; abo bali'za omusango ogusinga obunene.

Natula okwolekera egwanika, nalaba ebibina 41
bwebisula efeza mu gwanika: bangi abali abagaga abasulamu ebingi. Awo munamwandu 42
omu omwavu naja, nasulamu ebitundu bibiri, ye kodulante. Naita abaigirizwabe, nabagamba 43
nti Mazima mbagamba nti Munamwandu ono omwavu asudemu (bingi) okusinga bona abasula mu gwanika; kubanga bona basudemu ku biba- 44
fikir ride; naye oyo mu kwetagakwe asudemu byona byalinabyo, bwe bulamubwe bwona.

13.

1 Awo bweyafuluma mu yekalu, omu ku bai-
girizwabe namugamba nti Omuigiriza, laba,
amainja gano bwegali, nokuzimba kuno bwe-
2 kuli. Isa namugamba nti Olaba okuzimba kuno
okunene? teririrekebwa wano jinja eriri ku jinja
eritalisulibwa wansi.
3 Bweyali atude ku lusozi olwa Zeituni nga-
yolekede yekalu, Petero ne Yakobo ne Yokana
4 ne Andereya nebamubuza mu kyama nti Tubu-
lire, ebyo biribawo di? nakabonero ki akebyo
5 bwebigenda okutukirizibwa byona? Isa nasoka
okubagamba nti Mwekume, omuntu yena taba-
6 kyamyanga. Bangi abalija mu linya lyange nga
bogera nti Nze nzuyo; era balikyamya bangi.
7 Awo bwemuwuliranga entalo netutumo lyentalo,
temweralikiriranga: kibigwanira okubawo; naye
8 enkomerero ngekyali. Kubanga egwanga liriru-
mba gwanga linalyo, nobwakabaka bwakabaka
bunabwo: walibawo ebikankano mu bifo bingi;
walibawo enjala: ebyo lwe luberyeberye lwoku-
lumwa.
9 Naye mwekume mweka: kubanga balibawa-
yo mu nkiko: mulikubirwa ne mu makung'a-
niro; era muliimirira mu maso gabamasaza ne
bakabaka kulwange, okubera abajulirwa mubo.
10 Enjiri kigigwanira okumala okubulirwa amawa-
11 nga gona. Era bwebâbatwalanga okubawayo,
temusokanga okweralikirira bwemunayogera:
naye kyona kyona kyemuwebwanga mu kisera
ekyo, ekyo kyemwogeranga, kubanga simwe
12 mwogera, wabula Omwoyo Omutukuvu. Owo-
luganda anawangayo mugandawe okumu'ta, ne

kitawe womwana (anamuwangayo); abana bana-
jemeranga ababazala, banaba'sanga. Munakya- 13
yibwanga bona olwerinya lyange: naye agumi-
kiriza okutusa enkomerero oyo yalirokoka.

Naye bwemuliraba ekyomuzizo ekizikiriza nabi 14
Danieri kyeyayogerako nga kiimiride awatakisa-
nira [asomamu ategere], awo abali mu Buyudaya
badukire ku nsozi; ali wagulu kunju takanga, 15
so taingiranga kugyamu kintu mu njuye: nali 16
mu lusuku tadanga kutwala lugoyerwe. Naye 17
ziribasanga abali embuto, nabayonsa mu naku
ezo. Musabe bireme okutukira mu biro ebye- 18
mpewo. Kubanga enaku ezo ziriba za (kulabira- 19
mu) naku, nga tezibangawo bwezityo kasokede
Katonda atonda ebyatondebwa okutusa kakano,
so teziriba. So singa Mukama teyasala ku naku 20
ezo, tewandirokose mubiri gwona: naye olwaba-
londe beyalonda yazisalako enaku. Mu biro 21
ebyo omuntu bwabagambanga nti Laba, Masiya
ali wano; oba ali eyo; temukirizanga: kubanga 22
Bamasiya abobulimba ne banabi abobulimba
baliimuka, balikola ebyamagero nebyewunyo,
okubakyamya, obanga kiinzika, abalonde. Naye 23
mwekume mwe: laba, mbabulide byona nga
tebinabawo.

Naye mu naku ezo, okulaba enaku okwo nga 24
kuwede, enjuba erizikirizibwa nomwezi tegulya-
ka musana gwagwo, nemunyenye ziriba nga 25
zigwa okuva mu gulu, namanyi agomugulu ga-
likankana. Awo nebalyoka bamulaba Omwana 26
womuntu ngajira mu bire namanyi amangi
nekitibwa. Awo nalyoka atuma bamalaikabe, 27
alikung'anya abalondebe okuva mu mpewo enya,
okuva ku nkomerero yensi okutusa ku nkome-
rero yegulu.

28 Era muigire ku mutini olugero lwagwo: etabi
lyagwo bwerigeja namalagala negatojera, mute-
29 gera ngomwaka guli kumpi; era namwe bwe-
mutyo, bwemulabanga ebyo nga bituse, mute-
30 gere ngali kumpi, ku lugi. Mazima mbagamba
nti Emirembe gino tegirigwawo na katono, oku-
31 tusa ebyo byona lwebiritukirira. Egulu nensi
birigwawo, naye ebigambo byange tebirigwawo
32 na katono. Naye ebyolunaku olwo oba ekisera
ekyo tewali amanyi, newakubade bamalaika abali
mu gulu, newakubade Omwana, wabula Kita-
33 nge. Mwekumenga, mutunulenga, musabenga:
34 kubanga temumanyi biro webiritukira. Ngo-
muntu eyaleka enyumbaye natambula munsi
endala ngabawade abadube obuinza, buli mu-
ntu omulimugwe, nalagira omugazi okutunula.
35 Kale mutunule: kubanga temumanyi mukama
wenyumba walijira, oba kawungezi, oba tumbi,
36 oba ngenkoko ekokolima, oba nkya; atera
37 okuja amangwago nabasanga nga mwebase. Era
kyembagamba mwe mbagamba bona nti Mutu-
nule.

14.

1 Awo enaku ebiri bwezaitawo, newabawo Oku-
itako nemigati egitazimbulukuswa: awo baka-
bona abakulu nabawandisi nebasala amagezi bwe-
2 banumukwata mu lukwe nokumu'ta: kubanga
bagamba nti Si ku lunaku lwa mbaga, mpozi
waleme okubawo okukayana mu bantu.
3 Awo bweyali mu Besaniya mu nyumba ya
Simoni omugenge, ngatude ku mere, omukazi
eyalina ecupa eyamafuta agomugavu ogwomu-
wendo omungi enyo naja, nagyasa ecupa, ama-
4 futa nagafuka mu mutwegwe. Naye waliwo

abamu abasunguwala boka nga bagamba nti
Amafuta gafude ki bwegatyo? Kubanga ama- 5
futa gano bandiinziza okugatundamu edinali
bikumi bisatu nokusingawo nokugabira abavu.
Nebamwemulugunyiza. Naye Isa nagamba nti 6
Mumuleke; mumunakuwaliza ki? ankolede eki-
kolwa ekirungi. Kubanga abavu bemulinabo 7
bulijo; na buli lwemwagala muinza okubakola
obulungi: naye nze temuli nange bulijo. Akoze 8
nga bwainziza: asose okufuka amafuta ku mu-
biri gwange okunzika. Mazima mbagamba nti 9
Enjiri buli gyeribulirwa munsi zona, nekyo omu-
kazi ono kyakoze kiryogerwako okumujukira.

Awo Yuda Isikalyota eyali omu ku kumi 10
nababiri nagenda eri bakabona abakulu, okumu-
wayo gyebali. Awo bwebawulira, nebasanyuka, 11
nebasubiza okumuwa efeza. Nasala amagezi
bwanalaba ebanga okumuwayo.

Awo ku lunaku olwasoka olwemigati egitazi- 12
mbulukuswa lweba'ta Okuitako, abaigirizwabe
nebamugamba nti Oyagala tugende wa tutegeke
gyonolira Okuitako. Natuma abokubaigirizwa- 13
be babiri, nabagamba nti Mugende mu kibuga,
anasisinkana namwe omusaja nga yetise ensuwa
yama'zi: mumugoberere; yona yona mwanai- 14
ngira mugambe nanyini nyumba nti Omuigiriza
agambye nti Enyumba erirudawa mwenalira
Okuitako nabaigirizwa bange? Anabalaga ye 15
ye nyini enyumba nene eyawagulu eyaliridwa
etegekedwa: mututegekere omwo. Awo abaigi- 16
rizwa nebagenda nebaja ku kibuga, nebalaba nga
bweyabagambye: nebategeka Okuitako.

Awo bwebwawungera naja nekumi nababiri. 17
Awo bwebali batude ku mere, Isa nagamba nti 18
Mazima mbagamba nti Omu kumwe alya nange

19 anandyamu olukwe; nebatanula okunakuwala
20 nokumugamba kinomu nti Ye nze? Nabagamba
nti Omu ku kumi nababiri akoza nange mu
21 kibya ye wuyo. Kubanga Omwana womuntu
agenda nga bwekyamuwandikirwa: naye zirimu-
sanga omuntu oyo alyamu olukwe Omwana wo-
muntu! kyandibade kirungi eri oyo singa teya-
zalibwa omuntu oyo.
22 Awo bwebali balya, natola emere, awo bweya-
mala okwebaza nagimenyamu, nabawa, nagamba
23 nti Mutole; guno gwe mubiri gwange. Nadira
endeku, awo bweyamala okweyanza, nabawa:
24 nebaginywako bona. Nabagamba nti Guno gwe
musai gwange ogwendagano, oguyika olwabangi.
25 Mazima mbagamba nti Sirinywa nate ku bibala
ku muzabibu, okutusa ku lunaku luli lwendigu-
nywa omugya mu bwakabaka bwa Katonda.
26 Awo bwebamala okuimba oluimba, nebafuluma
nebagenda ku lusozi olwa Zeituni.
27 Awo Isa nabagamba nti Munesitala mwena:
kubanga kyawandikwa nti Ndikuba omusumba,
28 nendiga zirisasana. Naye bwendimala okuzuki-
zibwa, ndibakulembera (okugenda) mu Galiraya.
29 Naye Petero namugamba nti Newakubade nga
30 bona banesitala, naye sinze. Isa namugamba
nti Mazima nkugamba nti gwe lero, ekiro kino,
enkoko eneba tenakokolima emirundi ebiri, ono-
31 negana emirundi esatu. Naye neyeyongera nyo
okwogera nti Newakubade nga kingwanira oku-
fira awamu nawe, sikwegane na katono. Era
bona nebagamba bwebatyo.
32 Awo nebaja mu kifo erinya lyakyo Gesesc-
mane: nagamba abaigirizwabe nti Mutule wano
33 male okusaba. Natwala Petero ne Yakobo ne
Yokana wamu naye, natanula okuwunikirira

nokweralikirira enyo. Nabagamba nti Ememe 34
yange eriko enaku nyingi, zigenda kunzita:
mubere wano, mutunule. Natambulako katono, 35
navunama wansi nasaba, obanga kiinzika, ekisera
kimuiteko. Nagamba nti Aba, Kitange, byona 36
biinzika gyoli; nziyako endeku eno; naye si
nga nze bwenjagala, wabula nga gwe bwoyagala.
Awo naja, nabasanga nga bebase, nagamba 37
Petero nti Simoni, webase? tobade na manyi
agokutunula neeawa emu? Mutunule, musa- 38
be, muleme okuingira mu kukemebwa: omwoyo
gwe gwagala, naye omubiri gwe munafu. Nate 39
nadayo, nasaba, nayogera ebigambo bimu na
biri. Nakomawo nate, nabasanga nga bebase, 40
kubanga amaso gabwe gali gakambaga nyo; so
tebamanya bwebanamudamu. Naja omulundi 41
ogwokusatu, nabagamba nti Mwebakire dala
kakano, muwumule: kinamala; ekisera kituse;
laba, Omwana womuntu awebwayo mu mikono
gyabalina ebibi. Muimuke, tugende; laba, 42
andyamu olukwe anatera okutuka.

Awo amangwago, bweyali akyayogera, Yuda, 43
omu ku kumi nababiri naja nekibina wamu
naye abalina ebitala nemigo, nga bava eri baka-
bona abakulu, nabawandisi nabakade. Era oyo 44
eyamulyamu olukwe yali abawade akabonero
ngagamba nti Gwenanywegera, nga ye wuyo;
mumukwate, mumutwale nga mumunyuwezeza.
Awo bweyatuka, amangwago naja gyali naga- 45
mba nti Labi; namunywegera nyo. Nebamu- 46
sako emikono gyabwe, nebamukwata. Naye 47
omu kwabo abali baimiride awo nasowola ekitala,
natema omudu wa kabona omukulu namusalako
okutu. Awo Isa nadamu nabagamba nti Munji- 48
jiride nga bwemujira omunyazi nebitala nemigo

tanula okumuwandira amalusu, nokumubika mu maso, nokumukuba ebikonde nokumugamba nti Lagula: abawereza nebamutwala nga bamukuba empi.

Awo Petero bweyali wansi mu lugya, omu 66
ku bazana ba kabona omukulu naja; awo bwe- 67
yalaba Petero ngayota omuliro, namutunulira, nagamba nti Nawe wali Nomunazalesi, Isa. Naye 68
ye neyegana ngagamba nti Simanyi, so sitegera kyoyogera: nagenda ebweru mu kisasi; enkoko nekokolima. Awo omuzana namulaba, natanula 69
nate okubagamba abali baimiride awo nti Ono wewabwe. Naye neyegana nate. Awo bwewa- 70
itawo ekisera kitono, abali baimiride awo nebagamba Petero nate nti Mazima oli wewabwe; kubanga oli Mugaliraya. Naye natanula oku- 71
kolima nokulaira nti Simanyi muntu ono gwe-mwogerako. Amangwago enkoko nekokolima 72
omulundi ogwokubiri. Awo Petero najukira ekigambo Isa bweyamugambye nti Enkoko eneba tenakokolima emirundi ebiri, ononegana emirundi esatu. Awo bweyalowoza, nakaba amaziga.

15.

Awo amangwago bwebwakya enkya, baka- 1
bona abakulu nabakade nabawandisi nabomulukiko bona nebatesa, nebasiba Isa, nebamutwala, nebamuwayo eri Pirato. Awo Pirato na- 2
mubuza nti Gwe Kabaka wa Bayudaya? Bweyadamu namugamba nti Gwoyogede. Awo 3
bakabona abakulu nebamulopa ebigambo bingi. Awo Pirato namubuza nate, ngagamba nti To- 4
yanukula na katono? laba ebigambo bingi bye-

tanula okumuwandira amalusu, nokumubika mu maso, nokumukuba ebikonde nokumugamba nti Lagula: abawereza nebamutwala nga bamukuba empi.

Awo Petero bweyali wansi mu lugya, omu ku bazana ba kabona omukulu naja; awo bweyalaba Petero ngayota omuliro, namutunulira, nagamba nti Nawe wali Nomunazalesi, Isa. Naye ye neyegana ngagamba nti Simanyi, so sitegera kyoyogera: nagenda ebweru mu kisasi; enkoko nekokolima. Awo omuzana namulaba, natanula nate okubagamba abali baimiride awo nti Ono wewabwe. Naye neyegana nate. Awo bwewaitawo ekisera kitono, abali baimiride awo nebagamba Petero nate nti Mazima oli wewabwe; kubanga oli Mugaliraya. Naye natanula okukolima nokulaira nti Simanyi muntu ono gwemwogerako. Amangwago enkoko nekokolima omulundi ogwokubiri. Awo Petero najukira ekigambo Isa bweyamugambye nti Enkoko eneba tenakokolima emirundi ebiri, ononegana emirundi esatu. Awo bweyalowoza, nakaba amaziga.

66 67 68 69 70 71 72

15.

Awo amangwago bwebwakya enkya, bakabona abakulu nabakade nabawandisi nabomulukiko bona nebatesa, nebasiba Isa, nebamutwala, nebamuwayo eri Pirato. Awo Pirato namubuza nti Gwe Kabaka wa Bayudaya? Bweyadamu namugamba nti Gwoyogede. Awo bakabona abakulu nebamulopa ebigambo bingi. Awo Pirato namubuza nate, ngagamba nti Toyanukula na katono? laba ebigambo bingi bye-

1 2 3 4

5 bakulopa. Naye Isa natadamu nate kigambo;
Pirato nokwewunya neyewunya.
6 Awo ku mbaga yabateranga omusibe omu
7 gwebamusaba. Awo waliwo omu aitibwa Ba-
laba, eyasibibwa nabo abajema, abata abantu
8 mu kujema okwo. Awo ekibina nekirinya neki-
tanula okumusaba (okubakola) nga bweyabakola-
9 nga. Awo Pirato nabadamu, ngagamba nti
10 Mwagala mbatere Kabaka Wabayudaya? Ku-
banga yategera nga bakabona abakulu bamuwe-
11 sezayo bugya. Naye bakabona abakulu neba-
12 werera ekibina nti Balaba gwaba abatera. Awo
Pirato nadamu nate nabagamba nti Kale namu-
13 kola ntya gwemuita Kabaka Wabayudaya? Awo
14 nebogerera wagulu nate nti Mukomerere. Awo
Pirato nabagamba nti Kazi kibi ki kyakoze?
Naye nebeyongera nyo okwogerera wagulu nti
15 Mukomerere. Awo Pirato bweyali ayagala oku-
sanyusa ekibina, nabatera Balaba, nawayo Isa,
ngamaze okumukuba, okukomererwa.
16 Awo baserikale nebamutwala munda mu
lugya oluitibwa Peraitolio; nebaita ekitongole
17 kyona okukung'ana. Nebamwambaza olugoye
olwefulungu nebaluka engule eyamagwa nebagi-
18 musako; nebatanula okumulamusa nti Mirembe,
19 Kabaka Wabayudaya! Nebamukuba ebanda
mu mutwe, nebamuwandira amalusu, nebafu-
20 kamira, nebamusinza. Awo bwebamala oku-
mudulira, nebamwambula olugoye olwefulungu,
nebamwambaza engoy'eze, nebamutwala nebamu-
fulumya okumukomerera.
21 Nebamuwaliriza omuntu eyali aita, Simoni
Owekulene, ngava mu kyalo, kitawe wa Alege-
zanda ne Lufo, okugenda (nabo) okwetika
22 omusalabagwe. Nebamuleta mu kifo Gologosa,

okutegezebwa kwakyo nti Kifo kya kiwanga.
Nebamuwa omwenge ogutabudwamu envumbo: 23
naye ye nategukiriza. Awo nebamukomerera, 24
nebagabana ebyambalobye, nga babikubirako
obululu, buli muntu kyanatwala. Awo esawa 25
zali ziri satu, nebamukomerera. Awo ebaluwa 26
eyomusangogwe newandikibwa wagulu nti KA-
BAKA WABAYUDAYA. Era nabanyazi babiri 27
nebabakomerera wamu naye; omu ku mukono-
gwe ogwadyo, nomulala ku gwa kono. Awo 29
abali baita nebamuvuma nga banyenya emitwe
gyabwe, nga bagamba nti So, gwe amenya yeka-
lu nogizimbira enaku esatu, werokole, ove 30
ku musalaba. Era bakabona abakulu nebadula 31
bwebatyo nabawandisi boka na boka nebagamba
nti Yalokola balala; tainza kwerokola yeka.
Masiya Kabaka wa Isiraeri ave kakano ku 32
musalaba, tulyoke tulabe, tukirize. Ne bali
abakomererwa naye nebamuvuma.

Awo esawa bwezali ziri mukaga newaba ekizi- 33
kiza kunsi yona okutusa ku sawa eyomwenda.
Awo mu sawa eyomwenda Isa nakaba nedobozi 34
dene nti Eroi, Eroi, lama sabakasani? okutege-
zebwa kwakyo nti Katonda wange, Katonda
wange, kiki ekikundeseza? Awo abamu kwabo 35
abali baimiride awo bwebawulira nebagamba nti
Laba, aita Eriya. Awo omu nadukana, nanyika 36
ekisumwa mu mwenge omukatufu, nakisa ku
banda, namuwa okunywa, ngagamba nti Leka;
tulabe nga Eriya anaja okumuwanula. Awo Isa 37
nakaba nedobozi dene nawayo obulamu. Awo 38
negigi lyomuyekalu neriyulikamu wabiri, okuva
wagulu okutuka wansi. Awo omwami wekitongole 39
eyali aimiride awo ngamwolekede bweyalaba nga-
wadeyo obulamu bwatyo, nagamba nti Mazima

40 omuntu ono abade Mwana wa Katonda. Era
waliwo walako abakazi nga balengera: mwabo
waliwo ne Malyamu Magadalene, ne Malyamu
41 nyina Yakobo omuto ne Yose, ne Salome; abo
bweyali mu Galiraya be baitanga naye nga ba-
muwereza; nabakazi abalala bangi abalinya naye
Eyerusalemi.
42 Awo bwebwawungera, kubanga lwali lunaku
43 lwa Kutegeka, lwe lunaku olusoka sabiti, Yu-
sufu Owealimasaya, omukulu atesa owekitibwa,
era eyasubiranga ye nyini obwakabaka bwa Kato-
nda; naguma naingira eri Pirato nga tatya, na-
44 saba omulambo gwa Isa. Awo Pirato neyewu-
nya bwafude amangu, naita omwami wekito-
ngole namubuza obanga ekisera kiise weya-
45 fira. Awo bweyawulira eri omwami, nawa Yu-
46 sufu omulambo. Ye nagula olugoye olwekitani,
namuwanula, namuzinga mu lugoye olwekitani,
namusa mu ntana eyasimwa mu lwazi, nayiri-
47 ngisa ejinja ku mulyango gwentana. Malyamu
Magadalene ne Malyamu (nyina) Yose nebalaba
weyatebwa.

16.

1 Awo sabiti bweyagwako, Malyamu Magada-
lene ne Malyamu nyina Yakobo, ne Salome
2 nebagula ebyakalosa, baje bamusige. Awo bwe-
bwakya enkya mu matulutulu, ku lunaku olusoka
mu naku omusanvu, emjuba yali evudeyo nebaja
3 ku ntana. Awo bali bebuzaganya boka nti
Ani anatuiringisiza ejinja ku mulyango gwe-
4 ntana? Awo bwebatunulira, nebalaba ejinja
nga liiringisibwa ku bali; kubanga lyali dene
5 nyo. Awo bwebaingira mu ntana, nebalaba

omulenzi ngatude ku luwi olwadyo, ngayambade olugoye olutukuvu; nebawunikirira.
Nabagamba nti Temuwunikirira: munonya Isa, 6
Omunazalesi, eyakomererwa: azukide; tali
wano: laba, ekifo webamuta. Naye mugende, 7
mubulire abaigirizwabe ne Petero nti Abakulembede okugenda Egaliraya. Eyo gyemulimulabira nga bweyabagamba. Nebava ku ntana 8
nga badukana mangu; kubanga okukankana
nokusamalirira byali bibakute: so nebatabulirako
muntu kigambo, kubanga batya.

Awo bweyamala okuzukira mu makya ku 9
lunaku olwoluberyeberye ku naku omusanvu nasoka okulabikira Malyamu Magadalene
gweyagobako emizimu omusanvu. Oyo nage- 10
nda nababulira abaitanga naye, nga banakuwala
nga bakaba. Awo bo, bwebawulira nga mu- 11
lamu, ngalabidwa ye, nebatakiriza.

Ebyo bwebyagwa nalabikira banabwe babiri 12
mu kifananyi kirala, nga batambula nga bagenda
mu kyalo. Awo abo nebagenda nebababulira 13
bali abalala, so nebatabakiriza.

Oluvanyuma nalabikira ekumi nomu nga 14
batude ku mere; nabanenya olwobutakiriza nobukakanyavu bwemitima gyabwe, kubanga
tebabakiriza abamulaba ngamaze okuzukira.
Nabagamba nti Mugende munsi zona, mubulire 15
enjiri eri ebitonde byona. Akiriza nabatizibwa, 16
alirokoka, naye atakiriza omusango gulimusinga. Era obubonero buno buligenda nabo 17
abakiriza: baligoba emizimu mu linya lyange;
balyogera enimi empya; balikwata ku misota, 18
bwebalinywa ekintu eki'ta, tekiribakola kabi na
katono, balibasako emikono abalwade, nabo baliwona.

19 Awo Mukama wafe Isa bweyamala okwogera
nabo, natwalibwa mu gulu, natula ku mukono
20 ogwadyo ogwa Katonda. Bali nebafuluma,
nebabulira wonawona, Mukama wafe ngakolera
wamu nabo era nganyuweza ekigambo mu bu-
bonero obwakidiriranga. Amina.

ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA

LUKA.

1.

Bwebali abangi abatandika okuwandika amakulu gebigambo ebyatukirizibwa mufe, nga bwebabitubulira abo, abasoka okuva ku luberyeberye okuba abajulirwa era abawereza bekigambo, awo bwenaliranyiza dala byona okuva ku luberyeberye, era nange nalaba nga kirungi okukuwandikira gwe, Te'firo omulungi enyo, nga bwebyalirana; olyoke omanye amazima gebigambo byewaigirizibwa.

Awo mu mirembe gya Kerode, kabaka Wabayudaya, waliwo kabona, erinyalye Zakaliya, wa mu luwalo lwa Abiya: era yalina omukazi owomubawala ba Aloni, erinyalye Erisabesi. Nabo bombi bali batukirivu mu maso ga Katonda, nga batambulira mu biragiro byona ne mu byobutukirivu ebya Mukama nga tebaliko kabi. So tebalina mwana, kubanga Erisabesi yali mugumba, nabo bombi bali bakadiye mu myaka gyabwe.

Awo olwatuka, bweyali ngakola omulimu ogwobwakabona mu maso ga Katonda ngoluwalolwe bwerwalirana, awo akalulu nekamugwako ngempisa ezobwakabona bwezali okuingira mu yekalu ya Mukama okwoteza obubane. Awo ekibina kyona ekyabantu kyali nga kisabira

bweru mu kisera ekyokwoterezamu. Awo ma-
11 laika wa Mukama namulabikira ngaimiride
ku luwi olwadyo olwekyoto ekyokwoterezako.
12 Awo Zakaliya bweyamulaba neyeralikirira, na-
13 tya. Naye malaika namugamba nti Totya, Za-
kaliya; kubanga okwegairirakwo kuwulidwa,
mukaziwo Erisabesi alikuzalira omwana owobule-
14 nzi, olimutuma erinya Yokana. Olisanyuka,
era olijaguza, era bangi abalisanyukira okuzali-
15 bwakwe. Kubanga aliba mukulu mu maso ga
Mukama so talinywanga mwenge newakubade
ekitamiza; era alijuzibwa Omwoyo Omutukuvu,
16 okuva mu lubuto lwa nyina. Era bangi mu
bana ba Isiraeri alibakomyawo eri Mukama
17 Katonda wabwe. Alikulembera mu masoge mu
mwoyo namanyi ga Eriya okukomyawo emitima
gya bajaja eri abana, nabatawulira (okutambulira)
mu magezi gabatukirivu; okutegekera Mukama
18 abantu abatekebwatekebwa. Awo Zakaliya na-
gamba malaika nti Nakimanya ntya ekyo? ku-
banga nze ndi mukade, ne mukazi wange akadiye
19 mu myakagye. Awo malaika nadamu namuga-
mba nti Nze Gabirieri, aimirira mu maso ga
Katonda; era natumibwa okwogera nawe noku-
20 kubulira ebigambo ebyo ebirungi. Kale, laba,
olisirika era nga toinza kwogera, okutusa ku
lunaku lwebiribawo ebyo, kubanga tokiri'za biga-
mbo byange, ebiritukirizibwa mu ntuko zabyo.
21 Awo abantu bali balindirira Zakaliya, nebewunya
22 bwalude mu yekalu. Awo bweyafuluma natai-
nza kwogera nabo: nebategera nti alabye okwo-
lesebwa mu yekalu: nalwawo ngabawenya nomu-
23 kono ngakyasiruwade. Awo olwatuka, enaku ezo-
kuwerezakwe bwezagwayo, nadayo eka ewuwe.
24 Awo enaku ezo bwezaitawo mukaziwe Erisabesi

naba olubuto: neyekwekera emyezi etano, ngagamba nti Bwatyo Mukama bwankoze mu naku zeyantunuliriramu okunziyako ensonyi mu bantu. 25

Awo mu mwezi ogwomukaga malaika Gabirieri 26
natumibwa Katonda mu kibuga Ekyegaliraya
erinya lyakyo Nazalesi, eri omuwala atamanyi 27
musaja eyali ayogerezebwa omusaja erinyalye
Yusufu owomunyumba ya Daudi; nerinya lyomuwala Malyamu. Awo naingira omumwe, nagamba 28
nti Mirembe gwe aweredwa enyo ekisa, Mukama
(ali) nawe. Naye ye neyeralikirira ekigambo ekyo, 29
nalowoza okulamusa okwo bwekuli. Awo malaika 30
namugamba nti Totya, Malyamu; kubanga olabye ekisa eri Katonda. Era, laba, oliba olubuto, 31
olizala omwana owobulenzi, olimutuma erinya
Isa. Oyo aliba mukulu, aliitibwa Mwana woyo 32
ali wagulu enyo. Era Mukama Katonda alimuwa
entebe ya Daudi jajawe: era anafuganga enyu- 33
mba ya Yakobo emirembe nemirembe, so obwakabakabwe tebuligwawo. Awo Malyamu naga- 34
mba malaika nti Kiriba kitya ekyo, kubanga
simanyi musaja? Ne malaika nadamu namuga- 35
mba nti Omwoyo Omutukuvu alikujira, namanyi
goyo ali wagulu enyo galikusikiriza: era ekyo
ekirizalibwa kyekiriva kiitibwa ekitukuvu,
Omwana wa Katonda. Laba, Erisabesi muganda- 36
wo, era ye ali lubuto lwa mwana wa bulenzi mu
bukadebwe: guno gwe mwezigwe ogwomukaga
eyaitibwanga omugumba. Kubanga tewali kiga- 37
mbo ekiva eri Katonda kiribulwa manyi. Malya-
mu nagamba nti Laba, nze ndi muzana wa 38
Mukama; kibe kunze nga bwogambye. Awo
malaika nava gyali.

Awo mu naku ezo Malyamu naimuka nagenda 39
mangu munsi eyensozi, mu kibuga kya Yuda;

40 naingira mu nyumba ya Zakaliya nalamusa
41 Erisabesi. Awo olwatuka Erisabesi bweyawulira
okulamusa kwa Malyamu, omwana nabukabuka
mu lubutolwe; Erisabesi najuzibwa Omwoyo
42 Omutukuvu; nayogerera wagulu nedobozi dene
nagamba nti Oweredwa omukisa gwe mu bakazi,
nekibala ekyomulubutolwo kiweredwa omukisa.
43 Nange no, ekigambo kino kivude wa, nyina Mu-
44 kama wange okuja gyendi? Kubanga, laba,
edobozi lyokulamusakwo bweriingide mu matu
gange, omwana nabukabuka mu lubuto lwange
45 olwesanyu. Aweredwa omukisa eyakiriza; ku-
banga biritukirizibwa ebyo byewagambibwa
46 Mukama. Malyamu nagamba nti

Ememe yange emutendereza Mukama,
47 Nomwoyo gwange gusanyukide Katonda Omu-
lokozi wange.
48 Kubanga alabye obunaku bwomuzanawe:
Kubanga, laba, okusoka lero abemirembe
gyona balimpita aweredwa omukisa.
49 Kubanga Omuinza ankolede ebikulu;
Nerinyalye tukuvu.
50 Nekisakye kiri mu bamutya;
Emirembe nemirembe.
51 Alaze amanyi nomukonogwe;
Asasanyiza abalina amalala mu kuterera kwo-
mumitima gyabwe.
52 Agobye abalangira ku ntebe (zabwe),
Agulumiziza abakopi.
53 Abalina enjala abakusiza ebirungi;
Nabagaga abagobye nga tebalina kintu.
54 Abede Isiraeri omuduwe
Ajukire ekisakye
55 [Nga bweyagamba bajaja bafe]
Eri Ibulaimu nezaderye, emirembe gyona.

Awo Malyamu namalayo emyezi ngesatu, 56
nakomawo ewuwe.

Awo ebiro bya Erisabesi nebituka okuzala: 57
nazala omwana wa bulenzi. Baliranwabe na- 58
bekikakye nebawulira nga Mukama amugulu-
miririza ekisakye, nebasanyukira wamu naye.
Awo olwatuka ku lunaku olwomunana, nebaja 59
okukomola omwana; bali bagala okumutuuna
erinya lya kitawe Zakaliya. Nyina nadamu 60
nagamba nti Neda, naye anatumibwa Yokana.
Nebamugamba nti Tewali wa mu kikakyo aiti- 61
bwa erinya eryo. Nebawenya kitawe, bwayagala 62
okumutuma. Nayagala ekipande ekyokuwandi- 63
kako, nawandika, nagamba nti Erinyalye Yoka-
na. Nebewunya bona. Amangwago akamwake 64
nekazibuka, nolulimirwe (nerusumulukuka), na-
yogera ngamwebaza Katonda. Bona abali bali- 65
ranyewo nebatya. Nebigambo ebyo byona nebi-
buna munsi yona eyensozi Eyebuyudaya. Ne 66
bona ababiwulira nebabisa mu mitima gyabwe,
nebagamba nti Kale omwana oyo aliba ki?
kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu
naye.

Kitawe Zakaliya najuzibwa Omwoyo Omutu- 67
kuvu, nalagula, ngagamba nti

Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri; 68
Kubanga akyalide abantube, era abanunude,
Era atuimusiriza ejembe eryobulokozi 69
Mu nyumba yomuduwe Daudi.
[Nga bweyayogerera mu kamwa ka banabibe 70
abatukuvu, abaliwo kasokede ensi ebawo],
Okulokolebwa mu balabe bafe, ne mu mikono 71
gyabo bona abatukyawa;
Okutukiriza ekisa kyeyasubiza bajaja bafe, 72
Nokujukira endaganoye entukuvu;

73 (Okutukiriza) ekirairo kyeyalairira jaja wafe Ibulaimu;
74 Okukituwa fe; fe bwetulokolebwa mu mikono gyabalabe bafe,
Tulyoke tumuwereze nga tetuliko kyetutya,
75 Mu butukuvu ne mu butukirivu mu masoge enaku zafe zona.
76 Nawe, omwana, oliitibwa nabi woyo asinga bona obukulu:
Kubanga olikulembera Mukama okulongosa amakuboge;
77 Okumanyisa abantube obulokozi,
Ebibi byabwe bibagyibweko,
78 Olwekisa kya Katonda wafe ekirungi,
Emambya kyevude etusalira eva mu gulu,
79 Okubakira abatula mu nzikiza, ne mu kisikirize kyolumbe,
Okulung'amya ebigere byafe mu kubo eryemirembe.
80 Omwana nakula, nayongerwako amanyi mu mwoyo, nabera mu nkola okutusa ku lunaku lweyayolesebwa eri Isiraeri.

2.

1 Awo olwatuka mu naku ezo eteka neriva eri
Kaisali Augusito abensi zona okuwandikibwa.
2 Okwo kwe kuwandikibwa okwasoka okubawo
3 Kulenio bweyali nga yafuga Obusuli. Bona
nebagenda okwewandika, buli muntu mu kibuga
4 kyabo. Ne Yusufu nava Enazalesi, mu kibuga
Ekyegaliraya, nalinya Ebuyudaya, okugenda mu
kibuga kya Daudi, ekiitibwa Besirekemu, kubanga yali wa mu nyumba era wa mu kika kya
5 Daudi, yewandike ne Malyamu, gweyali ayoge-
6 reza, ngali lubuto. Awo olwatuka bali bali eyo,

enakuze ezokuzala nezituka. Nazala omwana- 7
we omuberyeberye; namubika mu ngoye ezo-
bwana obuwere namusazika mu kisibo, kubanga
tebalaba banga mu nyumba yabagenyi.

Waliwo abasumba munsi eyo abatulanga ku 8
tale, nga bakuma ekisibo kyabwe ekiro mu
mpalo. Awo malaika wa Mukama naimirira 9
webali, nekitibwa kya Mukama nekibetolola nga
kimasamasa, nebatya nyo. Malaika nabagamba 10
nti Temutya; kubanga, laba, mbaletera ebigambo
ebirungi ebyesanyu eringi eririba eri abantu
bona: kubanga lero azalidwa gyemuli omu- 11
lokozi mu kibuga kya Daudi, ye Masiya Muka-
ma wafe. Kano ke kabonero gyemuli; muna- 12
laba omwana omuwere ngabikidwa mu ngoye ezo-
bwana obuwere ngasazikidwa mu kisibo. Awo 13
amangwago waliwo ne malaika oyo bangi abomu-
gye eryomugulu nga batendereza Katonda, nga
bagamba nti

Ekitibwa kibe eri Katonda wagulu enyo; 14
Ne munsi emirembe gibe mu bantu abasimibwa.

Awo olwatuka, bamalaika bwebava gyebali 15
okugenda mu gulu, abasumba nebagambagana
nti Kale tugende Ebesirekemu tulabe ekigambo
kino ekibadeyo, Mukama kyatutegezeza. Ne- 16
baja mangu, nebasanga Malyamu ne Yusufu
nomwana omuwere ngasazikidwa mu kisibo.
Awo bwebalaba, nebategeza ekigambo kyebabu- 17
lirwa ku mwana oyo. Bona abawulira nebe- 18
wunya ebyo abasumba byebababulira. Naye 19
Malyamu nabyekuma ebigambo ebyo byona,
ngabirowoza mu mutimagwe. Awo abasumba 20
nebadayo, nga bagulumiza nga batendereza
Katonda olwebigambo byona byebawulira, bye-
balaba, nga bwebabulirwa.

21 Awo enaku omunana bwezatuka ezokumuko-
moleramu, natumibwa erinyalye Isa, liri erya-
yogerwa malaika nga tanaba kuba mu lubuto.
22 Awo enaku bwezatuka ezokulongoka kwabwe
ngamateka ga Musa bwegali, nebamutwala
nebamwambusa Eyerusalemi, okumwanjulira
23 Mukama [nga bwekyawandikibwa mu mateka
ga Mukama nti Buli kisaja ekigulanda kinai-
24 tibwanga kitukuvu eri Mukama], nokuwayo
sadaka nga bwekyayogerwa mu mateka ga
Mukama, bukamukukulu bubiri, oba obuyiba
25 obuto bubiri. Era, laba, waliwo omuntu mu
Yerusalemi erinyalye Simeoni, omuntu oyo yali
mutukirivu, era mwegendereza, ngalindirira oku-
sanyusibwa kwa Isiraeri: era Omwoyo Omutu-
26 kuvu yali kuye. Oyo yabikulirwa Omwoyo
Omutukuvu nti taliraba kufa nga tanalaba ku
27 Masiya wa Mukama. Najira mu Mwoyo mu
yekalu: abakadebe bwebamuingiza omwana Isa
28 okumukola nga bweri empisa yamateka, awo
ye namukwata mu mikonogye, neyebaza Kato-
nda nagamba nti

29 Mukama wange, kakano osibula omuduwo
Emirembe, ngekigambokyo bwekyali;
30 Kubanga amaso gange galabye obulokozibwo,
31 Bwewatekateka mu maso gabantu bona:
32 Okuba omusana ogwokumulisa amawanga,
Nokuba ekitibwa kyabantubo Isiraeri.

33 Kitawe ne nyina nebewunyanga ebigambo ebyo
34 ebyamwogerwako; awo Simeoni nabasabira
omukisa, nagamba Malyamu nyina nti Laba,
ono atekedwawo bangi mu Isiraeri bagwe baimi-
35 rire, nokuba akabonero akavumibwa; era gwe
ekitala kirikufumita mu meme; ebirowozo eby-
36 mitima emingi biryoke bibikulwe. Awo waliwo

Ana, nabi omukazi, omuwala wa Fanueri, owo-
mukika kya Aseri [yali yakamala emyaka
mingi, yabera ne bawe emyaka musanvu okuva 37
mu butobwe, naye yali munamwandu nga
yakamala emyaka kinana mwena], atavanga mu
yekalu, ngasinza nokusiba nokwegairira ekiro
nemisana. Oyo bweyaja mu kisera ekyo neye- 38
baza Katonda, nabulira ebigambobye eri bona
abali balindirira okununulibwa kwa Yerusalemi.
Awo bwebamala okutukiriza byona ebiri mu 39
mateka ga Mukama, nebadayo Egaliraya, mu
kibuga kyewabwe Enazalesi.

Awo omwana nakula, nayongerwako amanyi, 40
najuzibwa amagezi: ekisa kya Katonda nekiba
kuye.

Awo abakadebe bagendanga Eyerusalemi buli 41
mwaka ku mbaga Eyokuitako. Awo bweyali 42
yakamala emyaka kumi nebiri, nebayambuka
nga bweri empisa yembaga: awo bwebatusa 43
enaku zabwe, bali nga badayo, omwana oyo Isa
nasigala mu Yerusalemi, nabakadebe nebata-
manya: naye bwebalowoza ngali mu kisinde 44
kyabwe, nebatambula olugendo lwa lunaku
lumu, nebamununonya mu baganda babwe ne mu
mikwano gyabwe: bwebatamulaba nebadayo 45
Eyerusalemi, nga bamununonya. Awo olwatuka 46
bwewaitawo enaku satu nebamusanga mu
yekalu, ngatude wakati mu baigiriza, ngabawu-
lira, ngababuza: bona abamuwulira nebawuni- 47
kirira olwamagezige nokudamukwe. Awo bwe- 48
bamulaba nebasamalirira: nyina namugamba nti
Mwana wange, kiki ekitukozeza gwe bwotyo?
laba, kitawo nange twakunonya nga tunaku-
wade. Nabagamba nti Mwanonyeza ki? Te- 49
nmwamanya nga kingwanide okubera mu bigambo

50 bya Kitange? Nebatategera kigambo ekyo
51 kyeyabagamba. Naserengeta nabo naja Enazalesi, nabagondera: nyina nabyekuma ebigambo ebyo byona mu mutimagwe.
52 Awo Isa neyeyongerako amagezi nokukula, ne mu kisa eri Katonda neri abantu.

3.

1. Awo mu mwaka ogwekumi netano ku mirembe gya Tiberio Kaisali, Pontio Pirato bweyali nga ye wesaza Lyebuyudaya ne Kerode bweyali nga yafuga Egaliraya, ne Firipo mugandawe bweyali nga yafuga Ituliya nensi Eyetirakoniti, ne Lusaniya bweyali nga yafuga Abirene;
2 ne Ana ne Kayafa bwebali nga be bakabona abakulu, ekigambo kya Katonda nekimujira
3 Yokana omwana wa Zakaliya mu lukola. Naja munsi yona eriranye Yolidani, ngabulira okubatizibwa okwokwenenya olwokugyibwako ebibi;
4 nga bwekyawandikibwa mu kitabo ekyebigambo bya nabi Isaya nti

Edobozi lyoyo ayogerera wagulu mu dungu nti,
Mulongose olugudo lwa Mukama,
Mulung'amye amakuboge.
5 Buli kiwonvu kirijuzibwa,
Na buli lusozi nakasozi biriterezebwa:
Nekikyamye kirigololwa,
Namakubo agatali masende galiterezebwa;
6 Nabalina omubiri bona baliraba obulokozi bwa Katonda.

7 Awo nabigamba ebibina ebyafulumanga okubatizibwa ye nti Mwe abana bemisota, ani eyabalabula okuduka obusungu obugenda okuja?

Kale mubale ebibala ebisanira okwenenya, so 8
temusoka kwogera munda zamwe nti Tulina
jajafe ye Ibulaimu: kubanga mbagamba nti
Katonda ainza amainja gano okugafulira Ibula-
imu abana. Ne kakano embazi etekedwa ku 9
kikolo kyemiti; kale buli muti ogutabala bibala
birungi gutemebwa, gusulibwa mu muliro. Ebi- 10
bina nebamubuza nga bagamba nti Kale tukole
ki? Nadamu nabagamba nti Alina ekanzu 11
ebiri, amuweko emu atalina, nalina emere akole
bwatyo. Nabawoza nebaja okubatizibwa, neba- 12
mugamba nti Omuigiriza, tukole ki? Nabaga- 13
mba nti Temusolozanga kusukiriza okusinga
bwemwalagirwa. Era baserikale nebamubuza, 14
nga bagamba nti Nafe tukole ki? nabagamba
nti Temugiriranga muntu kyejo so temujoganga;
era empera yamwe ebamalenga.

Awo abantu bwebali nga basubira, era bona 15
nga balowoza ebigambo bya Yokana mu mitima
gyabwe obanga mpozi ye Masiya; Yokana na- 16
damu nabagamba bona nti Mazima nze mba-
batiza nama'zi; naye aja yansinga amanyi, so
nange sisanira kusumulula lukoba lwa ngatoze:
yalibabatiza Nomwoyo Omutukuvu nomuliro:
olugalirwe luli mu mukonogwe, okulongosa enyo 17
egulirolye, nokukung'anyiza eng'ano mu gwa-
nikalye; naye ebisusunku alibyokya nomuliro
ogutazikira.

Era nababulirira ebirala bingi ngabulira aba- 18
ntu ebigambo ebirungi; naye Kerode owesaza, 19
bweyamunenya olwa Kerodiya muka muga-
ndawe, nolwebigambo ebibi byona Kerode bye-
yakola, ate kwebyo byona nayongerako kino, 20
nakwata Yokana namusa mu komera.

Awo olwatuka, abantu bona bwebali nga 21

babatizibwa, ne Isa bweyamala okubatizibwa,
22 bweyasaba, egulu neribikuka, Omwoyo Omutukuvu naka kuye mu kifananyi ekyomubiri ngejiba, nedobozi nerifuluma mu gulu nti. Gwe mwana wange omwagalwa; nkusanyukira nyo.
23 Era Isa ye nyini, bweyasoka (okuigiriza), yali yakamala emyaka ngamakumi asatu nga ye mwana [nga bweyalowozebwa] owa Yusufu,
24 Mwana wa Eri, mwana wa Matati, mwana wa Levi, mwana wa Mereki, mwana wa Yanai,
25 mwana wa Yusufu, mwana wa Matasiya, mwana wa Amosi, mwana wa Nakumu, mwana wa
26 Eseri, mwana wa Nagai, mwana wa Maasi, mwana wa Matasiya, mwana wa Semeini, mwana
27 wa Yoseka, mwana wa Yoda, mwana wa Yokanani, mwana wa Lesa, mwana wa Zerubaberi,
28 mwana wa Sealatieri, mwana wa Neri, mwana wa Mereki, mwana wa Adi, mwana wa Kosamu, mwana wa Erimadamu, mwana wa Era, mwana
29 wa Isa, mwana wa Erieza, mwana wa Yolimu,
30 mwana wa Matati, mwana wa Levi, mwana wa Simeoni, mwana wa Yuda, mwana wa Yusufu,
31 mwana wa Yonamu, mwana wa Eriakimu, mwana wa Merea, mwana wa Mena, mwana wa Matasa, mwana wa Nasani, mwana wa Daudi,
32 mwana wa Yese, mwana wa Obeda, mwana wa Boazi, mwana wa Salumoni, mwana wa Naka-
33 soni, mwana wa Aminadabu, mwana wa Alini, mwana wa Kezeroni, mwana wa Perezi, mwana
34 wa Yuda, mwana wa Yakobo, mwana wa Isaka, mwana wa Ibulaimu, mwana wa Tera, mwana
35 wa Nakola, mwana wa Seruga, mwana wa Leu, mwana wa Perega, mwana wa Ebera, mwana wa
36 Sera, mwana wa Kainani, mwana wa Alapakasada, mwana wa Semu, mwana wa Nuwa, mwana wa

Lameka, mwana wa Mesusera, mwana wa Enoka, 37
mwana wa Yaleda, mwana wa Makalaleri, mwana wa Kainani, mwana wa Enosi, mwana wa 38
Sezi, mwana wa Adamu, mwana wa Katonda.

4

Awo Isa bweyajula Omwoyo Omutukuvu na- 1
komawo ngava ku Yolidani, Omwoyo negumutwala mu lukola, namalayo enaku amakumi 2
ana, ngakemebwa Setani. So teyalya kintu
mu naku ezo; awo bwezagwa, enjala nemuluma.
Setani namugamba nti Oboli Mwana wa Kato- 3
nda, gamba ejinja lino lifuke emere. Isa namu- 4
damu nti Kyawandikibwa nti Omuntu tabanga
mulamu na mere yoka. Namulinyisa, namulaga 5
obwakabaka bwona obwomunsi mu kasera ka-
tono. Setani namugamba nti Nakuwa gwe 6
obuinza buno bwona, nekitibwa kyamu; kuba-
nga nawebwa nze: era ngabira buli gwenja-
gala. Kale bwonosinza mu maso gange, buno 7
bwona bunaba bubwo. Isa nadamu namugamba 8
nti Kyawandikibwa nti Osinzanga Mukama
Katondawo, gwowerezanga yeka. Namutwala 9
Eyerusalemi, namuteka ku kitikiro kyeyekalu,
namugamba nti Oboli Mwana wa Katonda, ima
wano, wesule wansi; kubanga kyawandikibwa 10
nti

Alikulagiririza bamalaikabe bakukumire
dala;

Era nti

Balikuwanirira mu mikono gyabwe, 11
Oleme okwesitala ekigerekyo ku jinja.

Isa nadamu namugamba nti Kyayogerwa nti 12
Tokemanga Mukama Katondawo.

Awo Malyamu namalayo emyezi ngesatu, 56
nakomawo ewuwe.
Awo ebiro bya Erisabesi nebituka okuzala: 57
nazala omwana wa bulenzi. Baliranwabe na- 58
bekikakye nebawulira nga Mukama amugulu-
miririza ekisakye, nebasanyukira wamu naye.
Awo olwatuka ku lunaku olwomunana, nebaja 59
okukomola omwana; bali bagala okumutuma
erinya lya kitawe Zakaliya. Nyina nadamu 60
nagamba nti Neda, naye anatumibwa Yokana.
Nebamugamba nti Tewali wa mu kikakyo aiti- 61
bwa erinya eryo. Nebawenya kitawe, bwayagala 62
okumutuma. Nayagala ekipande ekyokuwandi- 63
kako, nawandika, nagamba nti Erinyalye Yoka-
na. Nebewunya bona. Amangwago akamwake 64
nekazibuka, nolulimirwe (nerusumulukuka), na-
yogera ngamwebaza Katonda. Bona abali bali- 65
ranyewo nebatya. Nebigambo ebyo byona nebi-
buna munsi yona eyensozi Eyebuyudaya. Ne 66
bona ababiwulira nebabisa mu mitima gyabwe,
nebagamba nti Kale omwana oyo aliba ki?
kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu
naye.
Kitawe Zakaliya najuzibwa Omwoyo Omutu- 67
kuvu, nalagula, ngagamba nti
Atenderezebwe Mukama, Katonda wa Isiraeri; 68
Kubanga akyalide abantube, era abanunude,
Era atuimusiriza ejembe eryobulokozi 69
Mu nyumba yomuduwe Daudi.
[Nga bweyayogerera mu kamwa ka banabibe 70
abatukuvu, abaliwo kasokede ensi ebawo],
Okulokolebwa mu balabe bafe, ne mu mikono 71
gyabo bona abatukyawa;
Okutukiriza ekisa kyeyasubiza bajaja bafe, 72
Nokujukira endaganoye entukuvu;

kunsi yona; Eriya natatumibwa eri omu kubo 26
wabula Ezalefasi, munsi ya Sidoni eri omukazi
munamwandu. Era waliwo abantu bangi aba- 27
genge mu Isiraeri mu biro bya Erisa nabi;
natalongoselwako omu kubo, wabula Naamani
yeka Omusuli. Nebajula obusungu bona (abali) 28
mu kung'aniro bwebawulira ebigambo ebyo;
nebaimuka, nebamusindikira ebweru wekibuga 29
nebamutwala ku banga lyolusozi lwebakubako
ekibuga kyabwe, bamusule wansi. Naye nabai- 30
tamu wakati nagenda.

Naserengeta Ekaperenaumu, ekibuga Ekye- 31
galiraya: nabaigirizanga ku lunaku olwa sabiti:
nebawunikirira olwokuigirizakwe, kubanga eki- 32
gambokye kyalina obuinza. Awo mu kung'aniro 33
mwalimu omuntu eyaliko omuzimu omubi;
nakaba nedobozi dene nti Wowe, tuvunana 34
ki fe nawe, Isa Omunazalesi? Oze kutuzikiriza?
Nkumanyi gwe bwoli, Omutukuvu wa Katonda.
Isa nagubogolera ngagamba nti Sirika, mu- 35
veko. Omuzimu bwegwamusula wakati negu-
muvako nga tegumukoze kabi. Okuwunikirira 36
nekubakwata bona nebebuzaganya boka nga
bagamba nti Kigambo ki kino? kubanga nobu-
inza namanyi alagira emizimu emibi negivako.
Etutumolye neryatikirira mu buli kifo ekyensi 37
eriranyewo.

Naimuka nava mu kung'aniro naingira mu 38
nyumba ya Simoni. Awo nyina mukazi wa
Simoni yali ngakwatidwa omusuja mungi, neba-
mwegairira kululwe. Naimirira wali, nabogolera 39
omusuja; negumuwonako: amangwago nagolo-
koka nabawereza.

Awo enjuba bweyali ngegwa, bona abalina 40
abalwade abendwade ezitali zimu nebabamule-

tera, buli omu kwabo namusako emikonogye.
41 nabawonya. Nemizimu negibavako bangi, ne-
gikaba nga gigamba nti Gwoli Mwana wa
Katonda. Nagibogolera, natagiganya kwogera,
kubanga gyamanya nga ye Masiya.
42 Awo obude bwebwakya, navayo nagenda mu
kifo etali bantu: ebibina nebimunonya nebaja
wali, nebagala okumugana aleme okubavako.
43 Naye nabagamba nti Kingwanide okubulira
enjiri eyobwakabaka bwa Katonda ne mu bibuga
ebirala; kubanga kye kyantumya.
44 Awo nabuliranga mu makung'aniro Gegaliraya

5.

1 Awo olwatuka ebibina bwebyamunyigiriza
nebawulira ekigambo kya Katonda, ye yali nga-
2 imiride ku nyanja Eyegenesaleti; nalaba ama-
to abiri nga gali ku nyanja: naye abavubi bali
3 bagavudemu nga bayoza emigonjo gyabwe. Na-
sabalako eryato erimu, eryali erya Simoni;
namugamba okulisembezayo katono okuva ku
tale. Natula naigiririza ebibina mu lyato.
4 Bweyali ngamaze okwogera, nagamba Simoni
nti Sembera ebuziba, musule emigonjo gyamwe,
5 muvube. Simoni nadamu nagamba nti Omwa-
mi, twateganye okukesa obude netutakwasa
kintu: naye olwekigambokyo nasula emigonjo.
6 Awo bwebakola bwebatyo, nebakwasa ebyenya-
nja bingi nyo nyini; emigonjo gyabwe negyagala
7 okukutuka; nebawenya banabwe mu lyato edala,
baje bababere. Nebaja nebajuza amato gombi,
8 noku'ka negagala oku'ka. Naye Simoni Petero,
bweyalaba, navunama ku bigere bya Isa, naga-
mba nti Ndeka; kubanga ndi muntu alina ebibi,

Mukama wange. Kubanga yawunikirira ne bona 9
abali naye olwebyenyanja ebingi byebakwasa;
ne Yakobo ne Yokana nabo bwebatyo, abana ba 10
Zebedayo, abali basiza ekimu ne Simoni. Isa
nagamba Simoni nti Totya: okusoka kakano
onovubanga abantu. Awo bwebagobya amato 11
gabwe etale, nebaleka byona, nebagenda naye.

Awo olwatuka bweyali mu kibuga kimu mwe- 12
byo, laba, (waliwo) omuntu eyali ajude ebigenge;
oyo bweyalaba Isa, navunama amasoge namwe-
gairira, ngagamba nti Mukama wange, bwoya-
gala, oinza okunongosa. Nagolola omukonogwe 13
namukomako ngagamba nti Njagala, longoka.
Amangwago ebigengebye nebimuwonako. Ye 14
namukutira obutabulirako muntu; naye genda,
werage eri kabona, oweyo ebyokulongokakwo,
nga Musa bweyalagira, okuba omujulirwa gye-
bali. Naye ebigambobye nebyeyongera bwe- 15
yongezi okubuna, ebibina bingi nebikung'ana
okuwulira nokubawonya endwade zabwe. Naye 16
ye neyeyawula nagenda mu nkola nasaba.

Awo olwatuka ku lunaku lumu mwezo, yali 17
ngaigiriza; Nabafalisayo nabaigiriza bamateka
bali batude awo, abali bavude mu buli kibuga
Ekyegaliraya, Nebuyudaya Neyerusalemi: na-
manyi ga Mukama gali naye okuwonya. Laba, 18
abantu nebaletera omuntu ku kitanda eyali ako-
zimbye: nebasala amagezi, okumuingiza noku-
muteka mu masoge. Bwebatalaba wa kumui- 19
ngiriza olwekibina, nebalinya wagulu kunju,
nebamuisa mu matofali nebamusiza ku kitanda-
kye wakati mu maso ga Isa. Awo bweyalaba 20
okukiriza kwabwe, nagamba nti Omuntu, ebi-
bibyo bikugyidwako. Abawandisi Nabafalisayo 21
nebatanula okuwakana, nga bagamba nti Ani

ono ayogera ebyokuvola? Ani ainza okugyako
22 ebibi, wabula Katonda yeka? Naye Isa bwe-
yategera okuwakana kwabwe nadamu nabaga-
mba nti Muwakana ki mu mitima gyamwe?
23 Ekyangu kiriwa, okugamba nti Ebibibyo biku-
gyidwako; oba okugamba nti Golokoka, ota-
24 mbule? Naye mutegere nga Omwana womuntu
alina obuinza kunsi okugyako ebibi [namugamba
oyo eyali akozimbye], Nkugamba nti Imuka,
situle ekitandakyo, odeyo mu nyumbayo.
25 Amangwago naimuka mu maso gabwe, nasitula
ekyo kyeyali agalamideko, nagenda ewuwe, nga-
26 gulumiza Katonda. Okuwunikirira nekubakwata
bona, nebamugulumiza Katonda; nebatya nyo,
nga bagamba nti Tulabye ebyekitalo lero..
27 Awo oluvanyuma lwebyo navayo nalaba omu-
woza erinyalye Levi, ngatude mu gwolezo,
28 namugamba nti Ita nange. Naleka byona,
29 nagolokoka, naita naye. Levi namufumbira
embaga nene mu nyumbaye: era waliwo ekibina
kinene ekyabawoza nekyabalala abali batude
30 nabo ku mere. Abafalisayo nabawandisi babwe
nebemulugunyiza abaigirizwabe, nga bagamba
nti Kiki ekibalisa nokunywera awamu nabawoza
31 nabantu abalina ebibi? Isa nadamu nabagamba
nti Abalamu tebetaga musawo; wabula abalwade.
32 Nze saja kuita batukirivu wabula abantu abalina
33 ebibi okwenenya. Nabo nebamugamba nti
Abaigirizwa ba Yokana basiba emirundi mingi,
era basaba; era Nababafalisayo bwebatyo; naye
34 ababo balya, banywa. Isa nabagamba nti Kale
muinza okusibya abana bobugole, awasiza omu-
35 gole bwabanga ali nabo? Naye enaku zirija;
awo awasiza omugole lwalibagyibwako, nebalyoka
36 basiba mu naku ezo. Era nabagerera olugero

nti Tewali muntu ayuza ku lugoye olugya
ekiwero nakitunga mu lugoye olukade; kuba
obanga si bwekityo, ayuza olugya, era nekiwero
(kyayuza) ku lugya tekyenkana na lukade. So 37
tewali muntu afuka omwenge omusu mu maliba
amakade; kubanga omwenge omusu gwabya
amaliba, neguyika, namaliba gafafagana. Naye 38
kigwana omwenge omusu okugufuka mu maliba
amagya. So tewali muntu anywede ku (mwenge) 39
omukulu ayagala omuto; kubanga agamba nti
Omukulu gwe mulungi.

6.

Awo olwatuka ku sabiti bweyali aita mu 1
nimiro zengano; abaigirizwabe nebanoga ebirimba byeng'ano, nebalya, nga bakunya mu ngalo zabwe. Naye Abafalisayo abamu nebagamba nti 2
Kiki ekibakoza ekyomuzizo okukolera ku sabiti?
Isa nabadamu nagamba nti Era kino temukisomangako, Daudi kyeyakola, bweyalumwa enjala 3
ye ne beyali nabo; bweyaingira mu nyumba ya 4
Katonda, natola emigati egyokulaga nalya, era nagiwa beyali nabo; egyomuzizo okulya wabula bakabona boka? Nabagamba nti Omwana wo- 5
muntu ye mukama wa sabiti.

Awo olwatuka ku sabiti endala, naingira mu 6
kung'aniro naigiriza; mwalimu omuntu. omukonogwe ogwadyo gwali gukaze. Awo aba- 7
wandisi Nabafalisayo nebamulabirira, obanga anawonyeza ku sabiti, balyoke balabe bwebanamulopa. Naye namanya ebirowozo byabwe, 8
nagamba omuntu eyalina omukono ogukaze nti Golokoka, oimirire wakati. Nagolokoka naimirira. Awo Isa nabagamba nti Mbabuza mwe, 9

Kirungi ku sabiti okukola obulungi, oba kukola
10 bubi, kuwonya bulamu oba kubuzikiriza? Nabetoloza amaso bona, namugamba nti Golola omukonogwo. Nakola (bwatyo); omukonogwe
11 neguwona. Naye nebalaluka, nebogera boka na boka bwebanamukola Isa.
12 Awo olwatuka mu naku ezo, navâyo nagenda ku lusozi okusaba; nakesa obude ngasaba
13 Katonda. Awo obude bwebwakya, naita abaigirizwabe; mubo naloudamu kumi nababiri, no-
14 kutuma nabatuma abatume; Simoni era gweyatuma Petero, ne Andereya mugandawe, ne Yakobo ne Yokana, ne Firipo ne Batolomayo,
15 ne Matayo ne Tomasi, ne Yakobo, omwana wa
16 Alifayo, ne Simoni eyaitibwa Zerote, ne Yuda (muganda) wa Yakobo, ne Yuda Isikalyota eya-
17 mulyamu olukwe; naka nabo, naimirira awaterevu, nekibina kinene ekyabaigirizwabe nabantu bangi abava Ebuyudaya yona Neyerusalemi, nabava ku tale yenyanja Eyetulo Nesidoni, abaja okumuwulira nokuwonyezebwa endwade zabwe;
18 nabali babonyabonyezebwa emizimu emibi neba-
19 wonyezebwa. Nekibina kyona nekisala amagezi okumukomako: kubanga amanyi gava muye negabawonya bona.
20 Nabaimusiza amaso abaigirizwabe nagamba nti Mulina omukisa abavu; kubanga obwakaba-
21 ka bwa Katonda bwe bwamwe. Mulina omukisa abalumwa enjala kakano; kubanga mulikusibwa. Mulina omukisa abakaba kakano; ku-
22 banga muliseka. Mulina omukisa, abantu bwebakyawanga, bwebabewalanga, bwebabavumanga, bwebagadyanga erinya lyamwe nga bi, okubavu-
23 nanya Omwana womuntu. Musanyukanga ku lunaku olwo, mubukanga (olwesanyu): kubanga,

laba, empera yamwe nyingi mu gulu: kubanga bajaja babwe bwebakolanga banabi bwebatyo.
Naye zibasanze mwe abagaga! kubanga mumaze 24
okuba nesanyu lyamwe. Zibasanze mwe aba- 25
kuse kakano! kubanga mulirumwa enjala. Zibasanze mwe abaseka kakano! kubanga mulinakuwala, mulikaba. Zibasanze, abantu bona 26
bwebalibasima! kubanga bwebatyo bajaja babwe bwebakolanga banabi abobulimba.
Naye mbagamba mwe abawulira nti Mwagale- 27
nga abalalabe bamwe, mubakolenga bulungi ababakyawa, mubasabirenga omukisa ababakolimira, 28
mubasabirenga ababagirira ekyejo. Oyo aku- 29
kubanga oluba omukyusizanga nolwokubiri; nakugyangako omunagirogwo, nekanzu togimuganangа. Buli akusabanga omuwanga; 30
noyo .akugyangako ebintubyo tobimusabanga nate. Era nga bwemwagala abantu okubakola- 31
nga, namwe mubakolenga bwemutyo. Kale 32
bwemwagala abo ababagala mwe, mwebazibwa ki? kubanga nabantu abalina ebibi bagala abo ababagala. Era bwemubakola obulungi ababa- 33
kola obulungi mwe, mwebazibwa ki? kubanga nabantu abalina ebibi bakola bwebatyo. Era 34
bwemubazika abo bemusubira okubawa, mwebazibwa ki? nabantu abalina ebibi bazika abalina ebibi, era bawebwe bwebatyo. Naye mwagale- 35
nga abalabe bamwe mubakolenga bulungi, mwazikenga so temulekangayo kusubira; nempera yamwe eriba nyingi, namwe muliba bana boyo ali wagulu enyo: kubanga ye mulungi eri abateba-za nababi. Mube nekisa, nga Kitamwe bwalina 36
ekisa. Era temusalanga musango, namwe te- 37
mulisalirwa: era temusinzanga musango, namwe temulisinzibwa musango: musonyiwenga, namwe

38 mulisonyibwa: mugabenga, namwe muligabirwa;
ekigero ekirungi, ekikatidwa, ekisukundidwa,
ekyomuyika, kyebalibawa mu kifuba. Kubanga
ekigero ekyo kyemugera, namwe kyemuligererwa.
39 Era nabagamba nolugero, nti Omuzibe wama-
so ainza okumukulembera muzibe mune? teba-
40 gwa bombi mu kinya? Omuigirizwa tasinga
amuigiriza: naye buli muntu bwalitukirizibwa
41 aliba ngamuigiriza. Kiki ekikutunuliza akantu
akali ku liso lya mugandawo, so tolowoza muti
42 oguli ku lisolyo? Oba oinza otya okumugamba
mugandawo nti Muganda wange, ndeka nku-
gyeko akantu akali ku lisolyo, songa tolaba
muti oguli ku lisolyo? Munanfusi gwe, soka
ogyeko omuti ku lisolyo; olyoke olabe bulungi
okugyako akantu akali ku liso lya mugandawo.
43 Kubanga tewali muti mulungi ogubala ebibala
ebibi, newakubade omuti omubi ogubala ebibala
44 ebirungi. Kubanga buli muti gutegererwa ku
bibala byagwo. Kubanga tebanoga tini ku ma-
gwa, so tebanoga zabibu ku mweramanyo.
45 Omuntu omulungi ekirungi akigya mu terekero
edungi eryomutimagwe; nomubi ekibi akigya
mu (terekero) ebi: kubanga kwebyo ebijula mu
mutima akamwake byekogera.
46 Era mumpitira ki Mukama wamwe, Mukama
wamwe, songa temukola bigambo byenjogera?
47 Buli muntu yena aja gyendi nawulira ebigambo
48 byange nabikola, nabalaga gwafanana: afanana
ngomuntu azimba enyumba nasima wansi nyo,
omusingi nagusa mu lwazi; awo ama'zi bwegaya-
njala, omuga negukulukutira ku nyumba eyo lwa
manyi okugisula negutainza na kuginyenya: ku-
49 banga yazimbibwa bulungi. Naye oyo awulira
natakola, afanana ngomuntu eyazimba enyu-

mba ku taka natasima musingi; awo omuga negugikulukutirako lwa manyi negwa amangwago, nokugwa kwenyumba eyo nekuba kunene.

7.

Awo bweyamala ebigambobye byona mu matu gabantu, naingira Ekaperenaumu. 1

Awo waliwo omwami wekitongole omuduwe gweyali ayagala enyo yali ngalwade ngagenda kufa. Noyo bweyawulira ebigambo bya Isa natuma abakade Babayudaya gyali ngamusaba okuja okulokola omuduwe. Nabo, bwebaja eri Isa, nebamwegairira nyo, nebagamba nti Asanide gwe okumukolera ekyo; kubanga ayagala egwanga lyafe, nekung'aniro ye yalituzimbira. Awo Isa nagenda nabo Awo bweyali nga tali wala nenyumba, omwami oyo natuma mikwanogye gyali, ngamugamba nti Sebo, teweteganya (kuja), kubanga nze sisanira gwe kuingira wansi wakasolya kange: era kyenvude nema okwesanyiza nzeka okuja gyoli, naye yogera kigambo bugambo, nomwana wange anawona. Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nganina baserikale bentwala: bweng'amba omu nti Genda, agenda, nomulala nti Jangu, aja, nomudu wange nti Kola kino, akola. Isa bweyawulira ebyo namwewunya nakyukira ebibina ebyali bimugoberera nagamba nti Mbagamba nti Sirabanga kukiriza kunene nga kuno newakubade mu Isiraeri. Awo abantu abatumibwa bwebakomawo mu nyumba, nebasanga omudu ngawonye. 2 3 4 5 6 7 8 9 10

Awo olwatuka bwewaitawo ebanga tono nagenda ku kibuga ekiitibwa Naini; abaigirizwabe nekibina kinene nebagenda naye. Awo bweya- 11 12

sembera ku wankaki wekibuga, laba, omulambo
nga gufulumizibwa ebweru, gwa mwana-nyina
gweyazala omu, naye munamwandu; nabantu
13 bangi abomukibuga omwo nga bali naye. Awo
Mukama wafe bweyamulaba namusasira, namu-
14 gamba nti Tokaba. Nasembera nakoma ku
lunyo: bali abali betise nebaimirira. Nagamba
15 nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka. Oyo
eyali afude nagolokoka, (natula) natanula okwo-
16 gera. Namuwa nyina. Obuti nebubakwata
bona, nebagulumiza Katonda; nga bagamba nti
Nabi omukulu aimukide mufe: era Katonda
17 akyalide abantube. Nekigambokye ekyo neki-
buna mu Buyudaya bwona ne munsi yona eri-
anyewo.

18 Awo abaigirizwa ba Yokana nebamubulira ebi-
19 gambo ebyo byona. Yokana naita abaigirizwabe
babiri nabatuma eri Mukama wafe, ngagamba nti
20 Gwe wuyo aja, nantiki tulindirire mulala? Awo
abantu abo bwebatuka gyali, nebagamba nti
Yokana Omubatiza atutumye gyoli, ngagamba
nti Gwe wuyo aja, nantiki tulindirire mulala?
21 Awo mu kisera ekyo nawonya bangi endwade
nokubonabona nemizimu emibi, nabazibe bama-
22 so bangi nabawa okulaba. Isa nadamu nabaga-
mba nti Mugende, mubulire Yokana ebyo bye-
mulabye, nebyemuwulide; abazibe bamaso bala-
ba, abalema batambula, abagenge balongosebwa,
abagavu bamatu bawulira, abafu bazukira, aba-
23 vu babulirwa enjiri. Era alina omukisa oyo
atanesitalako.

24 Awo ababaka ba Yokana bwebamala okuge-
nda natanula okwogera nebibina ebya Yokana
nti Kiki kyemwagenderera mu lukola okulaba?
25 olumuli olunyenyezebwa nempewo? Naye kiki

kyemwagenderera okulaba? Omuntu ayambade engoye ezinekaneka? Laba, abambala engoye ezobuyonjo, abalya emere enungi, baba mumpya za bakabaka. Naye kiki kyemwagenderera okulaba? Nabi? Wewawo, mbagamba, era asingira dala nabi. Oyo ye yawandikirwa nti

Laba, nze ntuma omubaka wange mu masogo,
Alirongosa olugudolwo gyogenda.

Mbagamba nti Mwabo abazalibwa abakazi, temuli asinga Yokana obukulu: naye omuto mu bwakabaka bwa Katonda ye mukulu okusinga ye. Nabantu bona bwebawulira nabawoza nebakiriza Katonda okuba omutukirivu ababatizibwa mu kubatiza kwa Yokana. Naye Abafalisayo nabaigiriza bamateka nebeganira okutesa kwa Katonda kubanga tebabatizibwa ye. Kale abantu abemirembe gino nabafananya na ki? era bali nga ki? Bali ngabana abatula mu katale, nga baitang'ana; abagamba nti Tubafuide emirere nemutazina; tukubye ebiwobe, nemutakaba maziga. Kubanga Yokana Omubatiza yaja nga talya mere songa tanywa mwenge; nemugamba nti Aliko omuzimu. Omwana womuntu yaja ngalya nganywa, nemugamba nti Laba, omuntu omuluvu, omutamivu, mukwano gwabawoza era owabalina ebibi! Era amagezi gawebwa obutukirivu olwabana bago bona.

Awo Omufalisayo omu namuita okulya naye. Naingira mu nyumba Eyomufalisayo natula ku mere. Awo, laba, omukazi eyali mu kibuga omwo, eyalina ebibi, bweyamanya ngatude ku mere mu nyumba Eyomufalisayo, naleta ecupa eyamafuta agomugavu, naimirira emulanamiro ku bigerebye ngakaba, natanula okumuto-

nyeza amaziga ku bigerebye nabisangula nenviri ezokumutwegwe, nanywegera ebigerebye
39 nabisiga amafuta ago. Awo Omufalisayo eyamuita bweyalaba, nayogera mundaye nti Omuntu ono, singa abade nabi, yanditegede omukazi amukwatako bwali, era bwafanana, ngalina
40 ebibi. Isa nadamu namugamba nti Simoni, ndiko kyenjagala okukubulira. Nagamba nti
41 Omuigiriza, yogera. Waliwo omuntu eyawolanga, naye yalina babanja babiri; omu ngabanjibwa edinali bitano, nomulala atano.
42 Awo bwebali nga tebalina kya kumusasula nabasonyiwa bombi. Kale kwabo alisinga oku-
43 mwagala aliwa? Simoni nadamu nagamba nti Ndowoza oyo gweyasinga okusonyiwa. Na-
44 mugamba nti Osaze bulungi. Nakyukira omukazi oyo, nagamba Simoni nti Olaba omukazi ono? Nyingide mu nyumbayo, notompa ma'zi ga bigere byange: naye ono atonye'za amaziga
45 ku bigere byange, nabisimuza envirize. To-'nywegede gwe: naye ono wenaingirira tanale-
46 kayo kunywegera nyo bigere byange. Tonsize mafuta ku mutwe gwange: naye ono ansize ama-
47 futa agomugavu ku bigere byange. Kyenva nkugamba nti Asonyidwa ebibibye ebingi, kubanga okwagalakwe kungi; naye asonyibwa aka-
48 tono, okwagalakwe kutono. Namugamba nti
49 Osonyidwa ebibibyo. Awo abali batude ku mere naye nebatanula okwogera boka na boka nti
50 Ono yani asonyiwa nebibi? Nagamba omukazi nti Okukirizakwo kukulokode; genda mirembe.

8.

Awo olwatuka oluvanyumako katono natambu- 1
la mu bibuga ne mu byalo ngabulira ngatenda
enjiri eyobwakabaka bwa Katonda, bali ekumi
nababiri nga bali naye, nabakazi abawonyeze- 2
bwako emizimu nendwade, Malyamu eyaitibwa
Magadalene, eyavako emizimu musanvu, ne 3
Yowana, muka Kuza, omuwanika wa Kerode, ne
Susana, nabalala bangi ababawerezanga nebintu
byebalina.

Awo ekibina kinene bwekyakung'ana nabava- 4
nga mu buli kibuga bwebaja wali, nagera olugero
nti Omusizi yafuluma okusiga ensigoze; bwe- 5
yali ngasiga, endala nezigwa ku mabali gekubo;
nezirinyirirwa, enyonyi ezomubanga nezizirya.
Endala nezigwa ku lwazi; bwezamala okumera 6
neziwotokerera, olwobutaba na ma'zi. Endala 7
nezigwa wakati mu magwa; amagwa negamerera
wamu nazo negazizisa. Endala nezigwa ku taka 8
edungi, nezimera, nezibalako emere buli mpeke
kikumi. Bweyamala okwogera ebigambo ebyo,
nayogerera wagulu nti Alina amatu agokuwulira
awulire.

Awo abaigirizwabe nebamubuza nti Olugero 9
olwo kiki? Nagamba nti Mwe muweredwa 10
okumanya ebyama ebyobwakabaka bwa Kato-
nda: naye abalala mu ngero; era bwebalaba
baleme okulaba, era bwebawulira baleme okute-
gera. Era olugero lwe luno: Ensigo kye kiga- 11
mbo kya Katonda. Bali abokumabali gekubo be 12
bawulira; awo Setani naja nakwakula ekigambo
mu mitima gyabwe baleme okukiriza nokuloko-
lebwa. Nabokulwazi be bawulira ekigambo 13
nebalyoka bakikiriza nesanyu; nabo tebalina

mizi, bakirizako kasera, era mu biro ebyoku-
14 kemebwa beyawula. Nazo ezagwa mu magwa,
abo be bawulira, awo bwebagenda nebaziizibwa
nokweralikirira nobugaga nesanyu eryomubulamu
15 (buno) nebatatukiriza kukuza mere. Nazo ezo-
mutaka edungi, abo be bawulira ekigambo mu
mutima omugolokofu, omulungi, nebakinyuweza,
nebabala emere nokugumikiriza.
16 Era tewali akoleza tabaza nagisanikira mu
kibo, oba kugisa wansi wekiriri; naye agisa ku
17 kikondo abaingiramu balabe bweyaka. Kubanga
tewali kigambo ekyakisibwa ekitalirabisibwa;
newakubade ekyakwekebwa ekitalimanyibwa ne-
18 kirabika mu lwatu. Kale mwekume bwemuwu-
lira; kubanga buli alina, aliwebwa; era buli
atalina nekyo kyalowoza nti alinakyo kirimugyi-
bwako.
19 Awo nyina ne bagandabe nebaja gyali, neba-
20 tainza kumutukako olwekibina. Nabulirwa nti
Nyoko ne bagandabo baimiride ebweru bagala
21 okukulaba. Naye nadamu nabagamba nti Ma-
nge ne baganda bange be bano abawulira ekiga-
mbo kya Katonda nebakikola.
22 Awo olwatuka ku lunaku lumu kwezo nasabala
mu lyato ye nabaigirizwabe; nabagamba nti
Tuwunguke (tugende) emitala wenyanja; neba-
23 genda. Awo bwebali nga baseyeya neyebaka
otulo. Omuyaga mungi negukunta ku nyanja;
(ama'zi) negaba nga gagala okujula, nebaba mu
24 kabi. Nebaja wali nebamuzukusa, nga bagamba
nti Mukama wafe, Mukama wafe, tufa. Nazu-
kuka, nabogolera omuyaga nokwefukula kwa-
25 ma'zi; nebikakana, neba ntefu. Nabagamba
nti Okukiriza kwamwe kuliruwiwa? Nebatya
nebewunya, nebogeragana boka na boka nti Kale

ani ono, kubanga nempewo nama'zi abiragira nebimuwulira?

Awo nebagoba kunsi Yabagerasene eyolekera 26
Egaliraya. Awo bweyavamu natuka ku tale, 27
nasanga omuntu ngava mu kibuga eyaliko emizimu, nga yakamala enaku nyingi nga tayambala lugoye ne mu nyumba nga tatulamu, naye (ngabera) mu ntana. Bweyalaba Isa nayogerera 28
wagulu navunama mu masoge, nayogera nedobozi dene nti Nvunana ki nze nawe, Isa, Omwana wa Katonda ali wagulu enyo? Nkwegairide, tombonereza. Kubanga yalagira omuzimu omu- 29
bi okuva ku muntu oyo. Kubanga gwali gwakamala ebiro bingi nga gumukute: yasibibwanga mu njegere ne mu masamba ngakumibwa; nakutulanga ebyamusiba, omuzimu negumugoberanga mu dungu. Isa namubuza nti Erinya- 30
lyo gwani? Nagamba nti Legioni; kubanga emizimu mingi egyamuingiramu. Negimwegairira 31
aleme okugiragira okuvako okugenda mu bunya. Awo waliwo egana lyembi'zi nyingi nga zirya ku 32
lusozi, negimwegairira agiragire giziingiremu. Nagiragira. Awo emizimu negiva ku muntu 33
negiingira mu mbi'zi: egana nerifubutukira mu banga nezigwa mu nyanja nezifa ama'zi. Awo 34
abasumba bwebalaba ebibadewo nebaduka nebabyogera mu kibuga ne mu byalo. Abantu 35
nebavayo okulaba ebibadewo; nebaja eri Isa nebalaba omuntu oyo eyavudeko emizimu ngatude awali ebigere bya Isa, ngayambade olugoye, ngageziwade: nebatya. Nabo abalaba 36
nebababulira bweyalokoledwa oyo eyali akwatidwa emizimu. Nabantu bona abensi Yabagera- 37
sene erranyewo nebamwegairira ave gyebali, kubanga obuti bungi bwali bubakute: awo

38 nasabala mu lyato nadayo. Naye omuntu eya-
vako emizimu namwegairira abere naye; naye
39 namusibula, ngagamba nti Dayo mu nyu-
mbayo, onyonyole ebigambo Katonda byakuko-
lede bwebiri ebikulu. Nagenda ngabulira eki-
buga kyona bwebiri ebikulu Isa byeyamukolera.
40 Awo Isa bweyakomawo, ekibina nekimwani-
riza nesanyu; kubanga bona bali nga bamulindi-
41 ride. Awo, laba, omuntu erinyalye Yairo omukulu
wekung'aniro naja nagwa awali ebigere bya Isa
42 namwegairira okuingira mu nyumbaye: kuba-
nga yalina muwalawe eyazalibwa omu nga yaka-
mala emyaka kumi nebiri, era oyo yali ngagenda
kufa. Naye bweyali ngagenda ebibina nebimu-
nyigiriza.
43 Nomukazi eyali alwalide ekikulukuto kyo-
musai emyaka kumi nebiri, eyawanga abasawo
ebintubye byona natainza kuwonyezebwa muntu
44 yena, oyo namufuluma emabega nakoma ku
lukugiro lwolugoyerwe: amangwago ekikuluku-
45 tokye nekikalira. Isa nagamba nti Ani anko-
myeko? Awo bwebegana bona, Petero ne bane
nebagamba nti Mukama wafe, ebibina bikweto-
46 lode bikunyigiriza. Naye Isa nagamba nti Omu-
ntu ankomyeko: kubanga mpulide ngamanyi
47 ganvudemu. Awo omukazi oyo bweyalaba nga
takwekedwa, naja ngakankana namufukamirira
namubulira mu maso gabantu bona ensonga
bweri emukome'zako, ne bwawonye amangwago.
48 Namugamba nti Mwana wange, okukirizakwo
kukuwonyeza; genda mirembe.
49 Awo yali akyayogera, newaja omuntu eyava
(mu nyumba) yomukulu wekung'aniro nga-
gamba nti Omuwalawo afude; toteganya muigi-
50 riza. Naye Isa bweyawulira namudamu nti

Totya: kiriza bukiriza, analokoka. Awo bweya- 51
tuka ku nyumba nataganya muntu mulala kuingira naye wabula Petero ne Yokana ne Yakobo ne kitawe womuwala ne nyina. Awo bali nga 52
bakaba bona, nga bamulirira; ye nagamba nti Temukaba, kubanga tafude, naye yebase tulo. Nebamusekerera nyo, kubanga bamanya nga- 53
fude. Ye namukwata ku mukono nayogerera 54
wagulu ngagamba nti Omuwala, golokoka. Omwoyogwe negukomawo naimirira amangwago. 55
Nalagira okumuwa ekyokulya. Abakadebe ne- 56
bawunikirira; naye ye nabakutira baleme kubulirako muntu ebibadewo.

9.

Nabaitira wamu abaigirizwabe ekumi na- 1
babiri nabawa amanyi nobuinza ku mizimu gyona nokuwonya endwade. Nabatuma okubu- 2
lira obwakabaka bwa Katonda, nokuwonya abalwade. Nabagamba nti Temutwalanga kintu 3
kya mu kubo, newakubade omugo, newakubade olukoba, newakubade emere, newakubade efeza; so temubanga na kanzu biri. Na buli nyumba 4
mwemuingiranga, muberenga omwo, era mwemuba muvanga. Era bona abatalibakiriza, 5
bwemubanga muva mu kibuga ekyo, enfufu eyomubigere byamwe mugikunkumule ebe omujulirwa eri bo. Awo nebagenda nebetolola mu bibuga 6
byona nga babulira enjiri, nga bawonya (abantu) mu buli kifo.

Awo kabaka Kerode owesaza nawulira byona 7
ebyakolebwa; nabusabusa nyo kubanga abantu bagamba nti Yokana azukide mu bafu; abalala 8
nti Eriya alabise; nabalala nti Banabi abeda omu

9 kubo azukide. Kerode nagamba nti Yokana
nze namutemako omutwe; naye oyo ani gwe-
mpulirako ebigambo ebyenkana awo? Nayagala
okumulaba.
10 Awo abatume bwebamala okukomawo, neba-
munyonyola byona byebakola. Nabatwala ne-
yeyawula nagenda nabo kyama mu kibuga ekii-
11 tibwa Besisaida. Naye ebibina bwebategera
nebamugoberera; nabaniriza, nayogera nabo ebi-
gambo byobwakabaka bwa Katonda, nabali beta-
12 ga okuwonyezebwa nabawonya. Awo enjuba
yali egoloba; abo ekumi nababiri nebaja wali
nebamugamba nti Sibula ekibina bagende mu
bibuga ne mu byalo ebyokumpi basule, banonye
ebyokulya; kubanga wano tuli mu tale jerere.
13 Nabagamba nti Mwe mubawe ebyokulya. Ne-
bagamba nti Tetulina kintu wabula emigati
etano nebyenyanja bibiri; kyoka tugende tuba-
14 gulire ebyokulya abantu bano bona. Kubanga
bali abasaja ngenkumi tano. Nagamba abaigi-
rizwabe nti Mubatuze nyiriri ngatano atano.
15, 16 Nebakola bwebatyo, nebabatuza bona. Nadira
emigati etano nebyenyanja ebibiri, naimusa
amaso mu gulu, nabyebaza nabimenyamu, nawa
17 abaigirizwabe okubisa mu maso gekibina. Ne-
balya nebakuta bona; nebulondebwa obukunku-
muka bwebalemwa, ebisero kumi na bibiri.
18 Awo olwatuka bweyali ngasaba yeka,
abaigirizwabe bali naye (wamu). Nababuza
19 ngagamba nti Ebibina bampita ani? Nebada-
mu nebagamba nti Yokana Omubatiza; naye
abalala nti Eriya; nabalala nti Ku banabi abeda
20 omu kwabo azukide. Nabagamba nti Naye mwe
mumpita ani? Petero nadamu nagamba nti
21 Gwe Masiya wa Katonda. Naye nabakutira naba-

lagira baleme okubulirako omuntu ekigambo
ekyo; ngagamba nti Kigwanira Omwana wo- 22
muntu okubonyabonyezebwa ebingi, nokuganibwa abakade ne bakabona abakulu nabawandisi, nokutibwa, era kulunaku olwokusatu okuzukizibwa. Nabagamba bona nti Omuntu bwayagala 23
okuja enyuma wange, yegane yeka, yetikenga omusalabagwe buli lunaku, angoberere. Kubanga 24
buli ayagala okulokola obulamubwe alibubuza; naye buli alibuza obulamubwe kulwange oyo alibulokola. Kubanga kulimugasa ki omuntu okulya 25
Ensi yona nga yebuziza oba nga yetunze? Kuba- 26
nga buli ankwatirwa ensonyi nze nebigambo byange, oyo Nomwana womuntu alimukwatirwa ensonyi, lwalijira mu kitibwakye ne mu kya Kitawe ne mu kya bamalaika abatukuvu. Naye 27
mbagamba mazima nti Waliwo abaimiride wano abatalirega ku kufa okutusa lwebaliraba obwakabaka bwa Katonda.

Awo olwatuka oluvanyuma lwebigambo ebyo 28
nga waisewo enaku munana, natwala Petero ne Yokana ne Yakobo, nalinya ku lusozi okusaba. Awo bweyali ngasaba, ekifananyi kyamasoge 29
nekiba kirala nekyambalokye nekiba kyeru nga 30
kimasamasa. Awo, laba, abantu babiri nebogera 31
naye, abo bali Musa ne Eriya; abalabika nga balina ekitibwa, nebogera ku kufakwe kwagenda okutukiriza mu Yerusalemi. Awo Petero ne beyali 32
nabo bali bakwatidwa otulo: naye bwebatunula, nebalaba ekitibwakye nabantu ababiri abaimiride wali. Awo olwatuka bwebali bagenda okwawu- 33
kana naye, Petero nagamba Isa nti Mukama wange, kirungi fe okubera wano: tukole ensisira satu, emu yiyo, emu ya Musa, emu ya Eriya; nga tamanyi kyayogera. Awo yali ngakyayo- 34

gera ebyo, ekire nekija nekibasikiriza: bwebai-
35 ngira mu kire nebatya. Edobozi nerifuluma mu
kire nerigamba nti Oyo ye Mwana wange
36 gweneroboza: mumuwulire ye. Nedobozi eryo
bweryaja, Isa nalabika yeka. Nabo nebasirika
busirisi, enaku ezo nebatabulirako muntu ki-
gambo na kimu kwebyo byebalaba.
37 Awo olwatuka ku lunaku olwokubiri bwebava
ku lusozi, ekibina kinene nekisisinkana naye.
38 Era, laba, omuntu owomukibina nayogerera wa-
gulu nagamba nti Omuigiriza, nkwegairira oku-
laba ku mwana wange, kubanga namuzala omu:
39 era, laba, omuzimu gumukwata nakaba amangwa-
go; negumutagula nokubimba nabimba ejovu, era
gumuvako lwa mpaka, nga gumubetenta nyo.
40 Nange nabegairide abaigirizwabo okugugobako;
41 nebatainza. Isa nadamu nagamba nti Mwe
abemirembe egitakiriza era egyakyama, nditusa
wa okubera namwe nokubagumikiriza? leta
42 wano omwanawo. Awo yali ngakyaja, omu-
zimu negumusula negumutagula nyo. Naye Isa
nagubogolera omuzimu omubi, nawonya omu-
43 lenzi namu'za eri kitawe. Bona nebawunikirira
olwobukulu bwa Katonda.

Naye bona bwebali nga bewunya byona
44 byeyakola, nagamba abaigirizwabe nti Ebigambo
ebyo mubise mu matu gamwe: kubanga Omwana
womuntu agenda okuwebwayo mu mikono
45 gyabantu. Naye bo nebatategera kigambo ekyo,
era kyali kibakwekedwa baleme okukitegera.
nebatya okumubuza ekigambo ekyo bwekiri.
46 Awo newabawo okuwakana mubo aliba omu-
47 kulu mubo bwali. Naye Isa bweyalaba okuwa-
kana mu mitima gyabwe, natwala omwana omuto,
48 namusa mu mbirizize, nabagamba nti Buli alise-

mbeza omwana omuto ono mu linya lyange, ngasembe'za nze, na buli alisembeza nze, ngasembe'za eyantuma: kubanga asinga obuto mumwe mwena oyo ye mukulu.

Yokana nadamu nagamba nti Mukama wafe, 49
twalaba omuntu ngagoba emizimu mu linyalyo, netumugana, kubanga taita nafe. Naye Isa 50
namugamba nti Temumugana; kubanga atali mulabe wamwe, wa kulwamwe.

Awo olwatuka enakuze ezokutwalibwa wagulu 51
bwezali zinatera okutuka, nasimbira dala amasoge okugenda Eyerusalemi, natuma ababaka mu 52
masoge; nebagenda nebaingira mu kyalo Kyabasamaliya, okumutegekera. Nebatamusembeza 53
kubanga amasoge gali (galaze) kugenda Eyerusalemi. Abaigirizwabe Yakobo ne Yokana 54
bwebalaba nebagamba nti Mukama wafe, oyagala tulagire omuliro guve mu gulu okubazikiriza, nga Eriya bweyakola? Naye nakyuka nabanenya 55
nayogera nti Temumanyi omwoyo bweguli gwemulina. Kubanga Omwana womuntu teyaja 56
kuzikiriza bulamu bwa bantu, wabula okubulokola. Awo nebagenda mu kyalo ekirala.

Awo bwebali nga bagenda mu kubo, omuntu 57
namugamba nti Nakugobereranga wonogendanga wona. Isa namugamba nti Ebibe birina 58
ebinya, nenyonyi ezomubanga zirina ebisu, naye omwana womuntu talina wasa mutwegwe.
Nagamba omulala nti Ngoberera. Naye ye 59
nagamba nti Mukama wange, ndeka male okugenda okuzika kitange. Naye namugamba 60
nti Leka abafu bazike abafu babwe, naye gwe genda obulire obwakabaka bwa Katonda. Nomu- 61
lala nagamba nti Nakugobereranga, Mukama wange; naye soke ondeke male okusibula abomu-

62 nyumba yange. Naye Isa namugamba nti Tewali muntu akwata ekyuma ekirima natunula enyuma asanira obwakabaka bwa Katonda.

10.

1 Awo oluvanyuma lwebyo Mukama wafe nalonda abalala nsanvu, nabatuma kina babiryе mu masoge okugenda mu buli kibuga na buli kifo
2 gyagenda okuja ye. Nabagamba nti Okukungula kwe kungi, naye abakunguzi be batono: kale musabe Mukama wokukungula okutuma
3 abakunguzi mu kukungulakwe. Mugende: laba, mbatuma mwe ngabana bendiga wakati mu
4 misege. Temutwala nsawo, newakubade olukoba, newakubade engato; so temulamusa muntu mu
5 kubo. Na buli nyumba gyemuingiramu, musoke okugamba nti Emirembe gibe mu nyumba
6 muno. Obanga mulimu omwana wemirembe, emirembe gyamwe ginabera kuye; naye obanga
7 si bwekityo, ate ginada gyemuli. Mubere mu nyumba omwo nga mulya nga munywa ebyewabwe, kubanga omukozi womulimu asanira emperaye. Temuvanga mu nyumba emu
8 okuingira mu ndala. Na buli kibuga kyemutukamu, nebabasembeza, mulyanga buli byebasa
9 mu maso gamwe; muwonye abalwade abalimu, mubagambe nti Obwakabaka bwa Katonda
10 bubasemberede kumpi. Naye buli kibuga kyemutukamu nebatabasembeza, mufulumanga
11 mu ngudo zakyo, mugambanga nti Nenfufu eyomukibuga kyamwe, etusabanye mu bigere, tugibakunkumulira mwe; naye mutegere kino
12 ngobwakabaka bwa Katonda busembede. Mbagamba mwe nti Sodoma eriba nokubonya-

bonyezebwa okuligumikirizika ku lunaku luli
okukira ekibuga ekyo. Zikusanze, Kolazini! 13
zikusanze, Besisaida! kubanga, ebyamanyi ebya-
kolerwa ewamwe singa byakolerwa Etulo
Nesidoni, singa benenya da nga batude bambade
ebibukutu nevu. Naye Etulo Nesidoni biriba 14
nokubonyabonyezebwa okuligumikirizika ku lu-
naku olwomusango, okukira mwe. Nawe Kapere- 15
naumu, oligulumizibwa okutuka mu gulu?
olisibwa okutuka emagombe. Abawulira mwe, 16
ngawulira nze; era anyoma mwe nganyoma
nze; naye anyoma nze nganyoma eyantuma.

Awo abo ensanvu nebakomawo nesanyu nga 17
bagamba nti Mukama wafe, nemizimu gituwulira
mu linyalyo. Nabagamba nti Nalaba Setani 18
ngavude mu gulu okugwa ngokumyansa. Laba, 19
mbawade obuinza obwokulinya ku misota nenja-
ba ezobusagwa namanyi gona agomulabe: so
tewali kintu ekiribakola obubi na katono. Naye 20
ekyo temukisanyukira, okubanga emizimu
gibawulira; naye musanyuke okubanga amanya
gamwe gawandikidwa mu gulu.

Awo mu sawa eyo nasanyukira mu Mwoyo 21
Omutukuvu nagamba nti Nkwebaza, Kitange,
Mukama wegulu nensi, kubanga bino wabikweka
abagezi nabakabakaba, nobibikulira abana abato:
wewawo, Kitange; kubanga bwekyasimwa bwe-
kityo mu masogo. Byona byampebwa Kitange; 22
tewali muntu amanyi Omwana bwali, wabula Ki-
tafe; newakubade Kitafe bwali, wabula Omwana,
noyo Omwana gwayagala okumubikulira. Na- 23
kyukira abaigirizwabe nabagamba kyama nti
Galina omukisa amaso agalaba byemulaba:
kubanga mbagamba nti Banabi bangi ne baka- 24
baka bayagalanga okulaba byemulaba mwe,

nebatabiraba; nokuwulira byemuwulira nebatabiwulira.

25 Awo, laba, omuigiriza wamateka naimirira nga-
mukema ngagamba nti Omuigiriza, nkolenga ki
26 okusikira obulamu obutagwawo? Namugamba
nti Kyawandikibwa kitya mu mateka? Osoma
27 otya? Nadamu nagamba nti Yagalanga Mu-
kama Katondawo nomutimagwo gwona, neme-
meyo yona, namanyigo gona, namagezigo gona;
28 ne muliranwawo nga gwe weka. Namugamba nti
Ozemu bulungi; kola bwotyo, oliba nobulamu.
29 Naye ye bweyali ayagala okwewa obutukirivu,
30 nagamba Isa nti Muliranwa wange yani? Isa
nadamu nagamba nti Waliwo omuntu eyali ava
Eyerusalemi ngaserengeta Eyeriko; nagwa mu
batemu, nebamwambula, nebamukuba emigo,
nebegendera nebamuleka ngabulako katono
31 okufa. Awo kabona yali ngaserengetera mu
kubo eryo nga tamanyiride; awo bweyamulaba,
32 namwebalama naitawo. Nomulevi bwatyo bwe-
yatuka mu kifo ekyo, namulaba, namwebalama
33 naitawo. Naye Omusamaliya bweyali ngata-
mbula, naja wali: awo bweyamulaba namukwa-
34 tirwa ekisa, namusemberera, namusiba ebiwundu-
bye, ngafukamu amafuta nomwenge; namusa
ku nsoloye, namuleta mu nyumba yabagenyi,
35 namujanjaba. Awo bwebwakya enkya natola,
edinali biri, naziwa nanyini nyumba namugamba
nti Mujanjabe; nekintu kyona kyoliwayo
36 okusukawo, bwendikomawo ndikusasula. Kale
olowoza otya, aliwa kwabo abasatu, eyali muli-
37 ranwa woyo eyagwa mu batemu? Nagamba nti
Oli eyamukolera ebyekisa. Isa namugamba nti
Nawe genda okole bwotyo.

38 Awo bwebali bagenda, naingira mu kyalo:

omukazi erinyalye Maliza namusembeza mu nyumbaye. Naye yalina mugandawe aitibwa Malyamu, eyatulanga awali ebigere bya Mukama wafe nawuliranga ekigambokye. Naye Maliza yabanga nemitawana egyokuwereza okungi; naja wali, namugamba nti Mukama wange, tofayo nga muganda wange andese okuwereza nzeka? kale mugambe ambere. Naye Mukama wafe nadamu namugamba nti Maliza, Maliza, weralikirira, olina emitawana egyebigambo bingi; naye ekyetagibwa kiri kimu: kubanga Malyamu alonzemu omugabo ogwo omulungi ogutalimugyibwako.

39 40 41 42

11.

Awo olwatuka bweyali ngali mu kifo ngasaba, bweyamala, ku baigirizwabe omu namugamba nti Mukama wafe, tuigirize okusaba, era nga Yokana bweyaigiriza abaigirizwabe. Nabagamba nti Bwemusabanga, mugambanga nti Kitafe, Erinyalyo litukuzibwe. Obwakabakabwo buje. Otuwenga buli lunaku emere yafe eyolunaku. Era otusonyiwe ebyonono byafe; kubanga nafe tumusonyiwa buli gwetubanja. So totutwala mu kukemebwa.

1 2 3 4

Nabagamba nti Ani kumwe alina owomukwano aligenda ewuwe etumbi, namugamba nti Mukwano gwange, mpola emigati esatu; kubanga mukwano gwange aze, ava mu lugendo, nange sirina kya kusa mu masoge; noli ali munda nadamu nagamba nti Tonteganya; kakano olugi lugale, abana bange nange tumaze okwebaka, siinza kugolokoka kukuwa? Mbagamba nti Newakubade nga tagolokoka namuwa okubanga mukwanogwe, naye olwokutairirakwe anagolo-

5 6 7 8

9 koka namuwa byona byeyetaga. Nange mbaga-
mba mwe nti Musabe, muliwebwa; munonye,
10 muliraba; mweyanjule, muligulirwawo. Kuba-
nga buli muntu yena asaba awebwa; nanonya
11 alaba; neyeyanjula aligulirwawo. Era ani kumwe
kitawe womuntu omwanawe bwalimusaba omu-
gati, alimuwa ejinja? oba ekyenyanja, namuwa
12 omusota mu kifo kyekyenyanja? Oba bwalisa-
13 ba egi, namuwa enjaba? Kale obanga mwe aba-
bi mumanyi okubawa abana bamwe ebirabo
ebirungi, talisinga nyo Kitamwe ali mu gulu
okubawa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.
14 Yali ngagoba omuzimu omusiru. Awo omu-
zimu bwegwamuvako, kasiru nayogera, ebibina
15 nebyewunya. Naye abamu nebagamba nti Ago-
ba emizimu kubwa Beerezebuli omukulu wemizi-
16 mu. Nabalala, nebamwagaza akabonero akava
17 mu gulu, nga bamukema. Naye ye, bweyama-
nya byebalowoza, nabagamba nti Buli bwakaba-
ka bwona bwebwawukanamu bwo bwoka buziki-
rira; nenyumba bweyawukanamu nenyumba
18 egwa. Ne Setani bwayawukanamu ye yeka,
obwakabakabwe buliimirirawo butya? kubanga
mugamba nti ngoba emizimu kubwa Beerezebu-
19 li. Era obanga nze ngoba emizimu kubwa Bee-
rezebuli, abana bamwe bagigoba kubwani? kye-
20 baliva baba abalamuzi bamwe. Naye bwemba
ngobesa emizimu engalo ya Katonda, kale obwa-
21 kabaka bwa Katonda bubajide. (Omuntu) owa-
manyi ngalina ebyokulwanyisa bwakuma olu-
22 gyalwe, ebintubye bibera mirembe: naye amusi-
nga amanyi bwamujira namuwangula, amunya-
gako ebyokulwanyisabye byona byeyesiga, naga-
23 ba ebintubye. Ataba nange ye mulabe wange;
24 era atakung'anyiza wamu nange asasanya. Omu-

zimu omubi bweguva ku muntu, guita mu bifo ebitalimu ma'zi nga gunonya awokuwumulira; bwegubulwa gugamba nti Kanzireyo mu nyumba yange mwenava. Bweguja, gugiraba ngeyeredwa etimbidwa. Awo gugenda, neguleta emizimu emirala omusanvu emibi okugusinga gwo, negiingira negibera omwo: awo ebyoluvanyuma ebyomuntu oyo bibera bibi okusinga ebyoluberyeberye.

Awo olwatuka ngayogera ebyo, omukazi owomukibina naimusa edobozirye namugamba nti Lulina omukisa olubuto olwakuzala namabere gewayonkako. Naye ye nagamba nti Ekisinga, balina omukisa abawulira ekigambo kya Katonda, nebakyekuma.

Awo ebibina bwebyali nga bikung'anira wali, natanula okugamba nti Emirembe gino mirembe mibi: ginonya akabonero, so tegiriwebwa kabonero wabula akabonero ka Yona. Kuba Yona nga bweyali akabonero eri Abenineve, bwatyo Nomwana womuntu bwaliba eri emirembe gino. Kabaka omukazi owebukika obwadyo aliimirira mu musango wamu nabantu abemirembe gino, alibasinza omusango: kubanga yava ku nkomerero zensi okuwulira amagezi ga Sulemani; era, laba, asinga Sulemani ali wano. Abantu Abenineve baliimirira mu musango wamu nemirembe gino, baligisinza omusango: kubanga benenya olwokubulira kwa Yona; era, laba, asinga Yona ali wano.

Tewali akoleza tabaza nagisa mu kinya, oba munda wekibo, wabula ku kikondo, abaingira balabe bweyaka. Etabaza yomubirigwo lye lisolyo; erisolyo bweriraba awamu, nomubirigwo gwona nga gujude omusana; naye bweriba ebi, nomu-

35 birigwo nga gujude ekizikiza. Kale wekume
omusana ogukulimu guleme okubera ekizikiza.
36 Kale omubirigwo gwona bwegujula omusana,
nga tegulina kitundu kimu kya kizikiza, gwona
gulijula musana ngetabaza bwekumulisiza noku-
masamasa kwayo.
37 Awo bweyali ngayogera, Omufalisayo namuita
okulya emere ewuwe: naingira natula ku mere.
38 Omufalisayo bweyalaba, neyewunya kubanga
39 tasose kunaba nga tanalya. Mukama wafe na-
mugamba nti Mwe Abafalisayo munaza kungulu
wendeku nowekibya; naye munda yamwe
40 mujude obunyazi nobubi. Mwe abasiru, oyo
41 eyakola kungulu siye yakola ne munda? Naye
ebiri munda mubiweyo okuba ebyokusasira; era,
laba, byona birongofu gyemuli.
42 Naye zibasanze mwe, Abafalisayo! kubanga
muwa ekitundu ekyekumi ekya nabugira naka-
kubansiri nenva zona, naye omusango nokwa-
gala Katonda mubiita bali: ebyo kibagwanide
43 okubikola, na biri obutabirekayo. Zibasanze
mwe, Abafalisayo! kubanga mwagala entebe ezo-
kumanjo mu makung'aniro nokulamusibwa mu
44 butale. Zibasanze! kubanga mufanana entana
ezitalabika, abantu zebatambulirako nga tebazi-
manyi.
45 Awo omu ku baigiriza bamateka nadamu
namugamba nti Omuigiriza, bwogamba bwo-
46 tyo ovuma nafe. Nagamba nti Namwe, abai-
giriza bamateka, zibasanze! kubanga mutika
abantu emigugu egitetikika, namwe be nyini
temukoma ku migugu na ngalo yamwe nemu.
47 Zibasanze! kubanga muzimba entana za banabi,
48 naye bajaja bamwe be baba'ta. Bwemutyo
muli bajulirwa era musima ebikolwa bya bajaja

bamwe: kubanga bo babata, namwe muzimba
(entana zabwe). Namagezi ga Katonda kye- 49
gâva gagamba nti Ndibatumira banabi nabatume; abamu kubo balibata balibaiganya;
omusai gwa banabi bona, ogwayika okuva ku 50
kutondebwa kwensi, gubuzibwe eri emirembe
gino; okuva ku musai gwa Abiri okutuka ku 51
musai gwa Zakaliya, eyatirwa wakati wekyoto ne
yekalu: mazima mbagamba mwe nti Gulibuzibwa eri emirembe gino. Zibasanze mwe, abaigiri- 52
za bamateka! kubanga mwatwala ekisumuluzo
ekyokutegera: mwe be nyini temwaingira, nabali
baingira mwabaziiza.

Awo bweyavayo, abawandisi Nabafalisayo 53
nebatanula okumuteganya enyo, nokumukemereza ebigambo bingi; nga bamutêga, okutega 54
ekigambo ekinava mu kamwake, balyoke ba-
muwawabire.

12.

Mu biro ebyo abantu bekibina obukumi no- 1
bukumi bwebali bakung'anye nokulinyagana nga
balinyagana, nasokera ku baigirizwabe okubaga-
mba nti Mwekume ekizimbulukusa Ekyabafa-
lisayo, bwe bunanfusi. Naye tewali ekyabiki- 2
bwa ekitalibikulwa; newakubade ekyakisibwa
ekitalitegerwa. Kale byona byemwali mwoge- 3
rede mu kizikîza biriwulirirwa mu musana; ne-
kyo kyemwali mwogerede mu kutu mu bisenge
kiribulirirwa wagulu wenyumba. Era mbagamba 4
mwe, mikwano gyange, nti Temutyanga abo
abata omubiri, oluvanyuma abatalina kigambo
kya kukola ekisingawo. Naye nabalabula gwe- 5
munatyanga: Mutyenga oyo, bwamala oku'ta
alina obuinza okusula mu Geyena, wewawo, mbe-

6 gamba nti Oyo gwemuba mutyanga. Enkaza-
lugya etano tebazitundamu mapesa abiri? era
ne ginazo emu teyerabirwa mu maso ga Katonda.
7 Naye nenviri ezokumitwe gyamwe zibalidwa
zona. Temutyanga: mwe musinga enkazalugya
8 enyingi. Era mbagamba nti Buli alinjatula mu
maso gabantu, oyo Omwana womuntu naye
alimwatula mu maso ga bamalaika ba Katonda;
9 naye anegana mu maso gabantu alyeganibwa
10 mu maso ga bamalaika ba Katonda. Na buli
muntu ayogera ekigambo ku Mwana womuntu
kirimusonyibwa: naye oyo avola Omwoyo Omu-
11 tukuvu talisonyibwa. Era bwebabaletanga mu
makung'aniro neri abamasaza, nabalina obuinza,
temweralikiriranga bwemunadamu oba kyemu-
12 nadamu oba kyemunayogera; kubanga Omwoyo
Omutukuvu anabaigirizanga mu kisera ekyo
ebibagwanide okwogera.
13 Awo omuntu owomukibina namugamba nti
Omuigiriza, gamba muganda wange agabane
14 nange ebyobusika (bwafe). Naye ye namugamba
nti Omuntu, ani eyanzisawo okuba omulamuzi
15 oba omugabi wamwe? Nabagamba nti Mulabe,
mwekume okwegomba kwona; kubanga obulamu
bwomuntu sibye bintu ebingi byaba nabyo.
16 Nabagerera olugero ngagamba nti Waliwo
17 omuntu omugaga, enimiroye neyeza: nalowoza
mundaye ngagamba nti Nakola ntya, kubanga
18 sirina wenakung'anyiza ebibala byange? Naga-
mba nti Nakola bwenti: namenya amawanika
gange nenzimba amalala agasinga obunene;
ninkung'anyiza omwo emere yange enkalu yona
19 nebintu byange. Ndigamba ememe yange nti
Ememe, olina ebintu bingi ebiterekedwa ebye-
myaka emingi; wumula, olye, onywe, osanyuke-

Naye Katonda namugamba nti Musiru gwe, mu 20
kiro kino ememeyo banagikugyako; kale ebintu
byotegese binaba byani? Bwatyo bwali eyete- 21
rekera obugaga, songa si mugaga eri Katonda.

Nagamba abaigirizwabe nti Kyenva mbaga- 22
mba nti Temweralikiriranga bulamu bwamwe,
kyemunalya; newakubade emibiri gyamwe, kye-
munayambala. Kubanga obulamu businga 23
emere, nomubiri gusinga ebyokwambala. Mu- 24
lowoze banamung'ona, bwebatasiga so tebaku-
ngula; abatalina terekero, newakubade egwanika;
era Katonda abalisa; mwe temusinga nyonyi
mirundi mingi? Ani kumwe bweyeralikirira ai- 25
nza okwongera ku bukulubwe omukono ogumu?
Kale bwemutainza ekisinga obutono, kiki ekibe- 26
ralikiriza ebirala? Mulabe amalanga bwegamera: 27
tegakola mulimu so tegalanga lugoye; naye mba-
gamba nti Ne Sulemani mu kitibwakye kyona
teyayambalanga ngerimu kugo. Naye Katonda 28
bwayambaza bwatyo omudo ogwokutale, ogu-
bawo lero, enkya nga bagusula ku kikomi; tali-
singa nyo (okwambaza) mwe, abalina okukiriza
okutono? Namwe temunonyanga kyemunalya 29
oba kyemunanywa, so temubanga na myoyo
egibusabusa. Kubanga ebintu ebyo byona 30
binonyezebwa amawanga agensi: naye Kitamwe
amanyi nga mwetaga ebyo. Naye munonye 31
obwokabakabwe, nebintu ebyo mulibyongerwako.
Totyanga, gwe ekisibo ekitono; kubanga Kita- 32
mwe asima okubawa mwe obwakabaka. Mutunde 33
byemuli nabyo, muweyo ebyokusasira; mwetu-
ngire ensawo ezitakadiwa, obugaga obutagwawo
mu gulu; omu'bi gyatasembera, nenyenje gyezi-
tayononera. Kubanga obugaga bwamwe gyebuli, 34
nemitima gyamwe gyegiribera.

35 Mwesibenga ebimyu mu biwato byamwe,
36 netabaza zamwe nga zaka; namwe be nyini mubere ngabantu abalindirira mukama wabwe, walidira ngava ku mbaga eyobugole; bwalija nakona (ku lugi), bamugulirewo amangwago.
37 Balina omukisa abadu abo, mukama wabwe bwalija balisanga nga batunula; mazima mbagamba ngalyesiba nabatuza ku mere, naja
38 nabawereza. Awo bwalija mu kisisimuka ekyokubiri, oba mu kyokusatu, nabasanga bwatyo,
39 balina omukisa (abadu) abo. Naye mutegere kino, nga nanyini nyumba singa amanya ekisera omubi wanajira, yanditunude, teyandirese nyu-
40 mbaye kusimibwa. Namwe mweteketekenga: kubanga Omwana womuntu ajira mu kisera mwemutalowoleza.
41 Petero nagamba nti Mukama wafe, olugero
42 luno olugerede fe nantiki bona? Mukama wafe nagamba nti Kale ani oyo omuwanika omwesigwa owamagezi, mukamawe gwalisigira abomunyumbaye, okubagabiranga omugabo gwa-
43 bwe ogwemere mu kisera kyayo? Alina omukisa omudu oyo mukamawe bwalija gwali-
44 sanga ngakola bwatyo. Mazima mbagamba nga-
45 limusigira byona byali nabyo. Naye omudu oyo bwalyogera mu mutimagwe nti Mukama wange alude okuja; natanula okukuba abadu
46 nabazana, nokulya nokunywa nokutamira; awo mukama womudu oyo alija ku lunaku lwatamulowolezako, ne mu kisera kyatamanyi, alimutematema alimuwa omugabogwe wamu nabataki-
47 riza. Nomudu oyo eyamanya mukamawe kyeyayagala, natategeka natatusa kyeyayagala,
48 alikubwa mingi; naye atamanya nakola ebisanide okumukubya, alikubwa mitono; na buli

eyawebwa ebingi, alinonyezebwako bingi; noyo gwebateresa ebingi, gwebalisinga okubuza ebingi.

Naja kusula muliro kunsi; nagwo obanga 49
kakano gwaka, njagala ki? Naye nina okuba- 50
tizibwa kwendibatizibwa; nange nga mbona-
bona okutusa lwekulitukirizibwa! Mulowoza nti 51
naja kuleta mirembe kunsi? Mbagamba nti
Neda; wabula okwawukana obwawukanyi; kuba- 52
nga okutanula kakano walibawo batano mu nyu-
mba emu nga bawukanye, abasatu nababiri, era
ababiri nabasatu. Balyawukana, kitawe nomwa- 53
nawe, era omwana ne kitawe; nyina ne muwalawe,
era omuwala ne nyina; era nyazala ne muka-
mwanawe, era mukamwanawe ne nyazalawe.

Nagamba ebibina nabyo nti Bwemulaba ekire 54
nga kyekulumulula ebugwanjuba, amangwago
mugamba nti Enkuba enetonya; era bwekiba
bwekityo. Bwemulaba empewo ngefuluma bu- 55
kika obwadyo mugamba nti Linaba bugumu;
era bwekiba. Bananfusi, mumanyi okukebera 56
ekifananyi kyensi negulu; naye kiki ekibalobera
okumanya okukebera obude buno? Era namwe 57
mweka ekibalobera kiki okusala ebyensonga?
Kubanga bwoba ogenda nakulopa eri omukulu, 58
onyikiriranga mu kubo okutabagana naye; aleme
okukuwalulira ewa katikiro, ne katikiro nakuwa
omumbowa, nomumbowa nakusula mu komera.
Nkugamba nti Toliva omwo nakatono, okutusa 59
lwolimala okukomekereza nensimbi emu.

13.

Awo mu biro ebyo waliwo abantu abali bali 1
awo abamubulira Ebyabagaliraya bali, Pirato
beyatabulira omusai gwabwe ne sadaka zabwe.

2 Nadamu nabagamba nti Mulowoza nga Abaga-
liraya abo bali bononyi okusinga Abagaliraya
3 bona, kubanga babonyabonyezebwa batyo? Mba-
gamba nti Si bwekityo: naye bwemutenenya,
4 mulizikirira mwena bwemutyo. Oba bali ekumi
nomunana, enyumba eyomu Siroamu beyagwa-
ko nebata, mulowoza ngabo balina amabanja
okusinga abantu bona abali mu Yerusalemi?
5 Mbagamba nti Si bwekityo: naye bwemutenenya,
mulizikirira mwena bwemutyo.
6 Nayogera olugero luno, nti Waliwo omuntu
eyalina omutini ogwali gusimbidwa mu lusuku-
lwe olwemizabibu; naja ngagunonyako ebibala
7 natabiraba. Nagamba omulimi nti Laba, lero
emyaka esatu nga njija okunonya ebibala ku
mutini guno, nesibiraba; guteme; nokwemala
8 gwemalira ki ekifo obwerere? Ye nadamu na-
mugamba nti Mukama wange, guleke mu
mwaka guno era, ngutemeretemere, ngutekeko
9 obusa; bwegulibala ebibala oluvanyuma, (ki-
rungi); naye obanga si bwekityo, oligutema.
10 Awo ku lunaku lwa sabiti yali ngaigiriza mu
11 limu ku makung'aniro. Era, laba, omukazi eyali
yakalwalira omuzimu ogwobunafu emyaka ekumi
nomunana; ngagongobade nga tainza kwegolola
12 nakatono. Awo Isa bweyamulaba, namuita na-
mugamba nti Omukazi, osumuludwa obulwade-
13 bwo. Namusako emikono, amangwago naba mugo-
14 lokofu, natendereza Katonda. Naye omukulu we-
kung'aniro bweyanyiga kubanga Isa awonyeza
omuntu ku sabiti, nadamu nagamba ekibina nti
Waliwo enaku omukaga ezigwana okukolerangа-
ko emirimu: kale mujirenga kwezo okuwonyeze-
15 bwa, naye si ku lunaku lwa sabiti. Naye Muka-
ma wafe namudamu nagamba nti Bananfusi, buli

omu kumwe ku lunaku lwa sabiti taimbula nteye
oba ndogoiye mu kisibo, nagitwala okuginywesa?
Era oyo omwana wa Ibulaimu eyasibirwa Setani, 16
laba, emyaka kumi na munana, tagwanide kusu-
mululwa mu busibe obwo ku lunaku lwa sabiti?
Awo bweyali ngagamba ebyo, abalabebe bona 17
nebaswala: nekibina kyona nebasanyukira byona
ebyekitibwa ebikoledwa ye.

Kyeyava agamba nti Obwakabaka bwa Kato- 18
nda bufanana na ki? era nabufananya na ki?
Bufanana nakaweke ka kaladali, omuntu keya- 19
dira nakasula mu nimiroye; nekakula, nekaba
muti; enyonyi ezomubanga nezitula ku matabi
gagwo. Ate nagamba nti Obwakabaka bwa Ka- 20
tonda nabufananya na ki? Bufanana nekizi- 21
mbulukusa, omukazi kyeyadira nakikisa mu bibo
bisatu ebyobuta, bwona nebuzimbulukuka.

Natambula mu bibuga ne mu byalo ngaigiriza 22
ngagenda Eyerusalemi. Omuntu namugamba 23
nti Mukama wange, be batono abalokolebwa?
Ye nabagamba nti Mufube okuingira mu muzigo 24
omufunda: kubanga mbagamba nti bangi abali-
nonya okuingira, so tebaliinza. Nanyini nyumba 25
bwalimala okugolokoka, nagalawo olugi, nemu-
soka okuimirira ebweru, nokukona ku lugi, nga
mugamba nti Mukama wafe, tugulirewo; awo
alibadamu nabagamba nti Sibamanyi gyemuva;
nemulyoka mutanula okugamba nti Twaliranga 26
era twanyweranga mu masogo, era waigiririza-
nga mu ngudo zafe; awo aligamba nti Mbaga- 27
mba nti simanyi gyemuva: muve wendi, mwe-
na abakola ebitali bya butukirivu. Eyo eribayo 28
okukaba nokuluma obujigi bwemuliraba Ibulai-
mu ne Isaka ne Yakobo ne banabi bona mu bwa-
kabaka bwa Katonda, namwe nga musulidwa

29 ebweru. Balija nga bava ebuvanjuba nebugwa-
njuba, nobukika obwa kono nobwadyo, balitula
30 mu bwakabaka bwa Katonda. Era, laba, waliwo
aboluvanyuma abaliba aboluberyeberye, era wa-
liwo aboluberyeberye abaliba aboluvanyuma.
31 Mu kisera ekyo Abafalisayo nebaja, nebamu-
gamba nti Va wano, wegendere: kubanga Kerode
32 ayagala kuku'ta. Nabagamba nti Mugende mu-
gambe ekibe ekyo, nti Laba, ngoba emizimu
mponya (abantu) lero nenkya, ne ku (lunaku)
33 olwokusatu nditukirizibwa. Naye kingwanide
okutambulako lero nenkya nolwebiri; kubanga
tekiinzika nabi kuzikiririra bweru Weyerusalemi.
34 Gwe Yerusalemi, Yerusalemi, a'ta banabi, akuba
mainja abatumibwa gyali! emirundi emeka nga
njagala okukung'anya abanabo, ngenkoko (bwe-
kung'anyiza) obwana bwayo mu biwawatiro
35 byayo, so temwakiriza! Laba, enyumba yamwe
ebalekedwa kifulukwa; era mbagamba nti
Temulindaba, okutusa lwemuligamba nti Awere-
dwa omukisa aja mu linya lya Mukama.

14.

1 Awo olwatuka bweyaingira ku sabiti mu nyu-
mba yomukulu Wabafalisayo omu okulya emere
2 nebamulabirira. Era, laba, waliwo omuntu mu
3 masoge, eyali alwade okuzimba. Isa nadamu
nayogera nabaigiriza bamateka Nabafalisayo nga-
gamba nti Kirungi okuwonyeza ku sabiti, nantiki
4 siwewawo? Naye nebasirika. Namukwatako
5 namuwonya, namusibula. Nabagamba nti Ani
kumwe alina endogoiye oba nteye ngegude mu
6 luzi atagigyamu mangwago ku sabiti? Neba-
tainza ate kumudamu ebyo.

Nabagerera olugero abo abaitibwa bweyalaba 7
bweberoboza ebifo ebyokumanjo ; nabagamba nti
Omuntu bwakuitanga ku mbaga eyobugole, totu- 8
langa mu kifo kya ku manjo, mpozi waleme oku-
bawo akusinga ekitibwa gwaise, noli eyakuise 9
gwe naye naja, nakugamba nti Segulira ono ;
nolyoka otanula nensonyi okukwata ekifo ekye-
nyuma. Naye bwoitibwanga ogendanga notula 10
mu kifo ekyenyuma, eyakuise bwajanga, akuga-
mbe nti Mukwano gwange, sembera eno ku
manjo ; nolyoka obera nekitibwa mu maso gabo
bona botude nabo ku mere. Kubanga buli mu- 11
ntu yena eyegulumiza alitowazibwa; noyo eyeto-
waza aligulumizibwa.

Era nagamba noyo eyamuise nti Bwofumbanga 12
emere eyekyemisana oba eyekyegulo, toitanga
mikwanogyo, newakubade bagandabo, newaku-
bade abekikakyo, newakubade baliranwabo aba-
gaga ; mpozi baleme okukuita nate nabo, newa-
bawo okukusasula. Naye bwofumbanga embaga, 13
oitanga abavu nabalema nabawenyera nabazibe
bamaso: era oliwebwa omukisa; kubanga tebalina 14
kya kukusasula : kubanga olisasulirwa mu kuzu-
kira kwabatukirivu.

Awo omu kwabo abali batude awamu naye 15
ku mere, bweyawulira ebyo, namugamba nti
Alina omukisa alirira emere mu bwakabaka bwa
Katonda. Naye namugamba nti Waliwo omuntu 16
eyafumba embaga enene ; naita bangi : natuma 17
omuduwe obude obwembaga nga butuse okuga-
mba bali abaitidwa, nti Muje ; kubanga bimaze
okutegekebwa. Bona nebatanula okwegairira 18
okusonyibwa nememe emu. Owoluberyeberye
namugamba nti Nguze olusuku, kingwanide
okuimuka okugenda okululaba ; nkwegairide,

19 nsonyiwa. Nomulala nagamba nti Nguze emi-
gigi gyente etano, ng'enda kuzikema; nkwe-
20 gairide, nsonyiwa. Nomulala nagamba nti
Mpasi'za omukazi, kyenava nema okuinza okuja.
21 Awo omudu oyo naja nabulira mukamawe ebyo.
Awo nyini nyumba nalyoka asunguwala naga-
mba omuduwe nti Fuluma mangu ogende mu
ngudo ne mu makubo agekibuga, olete wano
abavu nabalema nabazibe bamaso nabawenyera.
22 Omudu nagamba nti Mukama wange, kyolagide
23 kikoledwa, naye wakyaliwo ebanga. Mukamawe
nagamba omudu nti Fuluma ogende mu makubo
ne mu nsalo, obawalirize okuingira, enyumba
24 yange ejule. Kubanga mbagamba nti Bali
abaitibwa, tewali nomu alirega ku mbaga yange.
25 Awo ebibina bineno byali bigenda naye; na-
26 kyuka nabagamba nti Omuntu bwaja gyendi,
natakyawa kitawe, ne nyina, ne mukaziwe,
nabanabe, ne bagandabe, ne banyina, era nobula-
27 mubwe ye, tainza kuba muigirizwa wange. Buli
atasitula musalabagwe ye, naja enyuma wange,
28 tainza kuba muigirizwa wange. Kubanga ani
kumwe bwaba ngayagala okuzimba enyumba,
atasoka kutula nabalirira ebyemirimu gyayo,
29 obanga alina ebyokugimala? Mpozi bwaba nga-
maze okusimba empagi bwatainza kugimala,
bona abalaba baleme okutanula okumusekerera,
30 nga bagamba nti Omuntu ono yasoka okuzimba
31 natainza kumala. Oba kabaka ki bwaba nga-
genda ku lutalo okulwana ne kabaka omulala
atasoka kutula natesa ebigambo obanga ainza
nakakumi okusisinkana noli amujira nobukumi
32 obubiri? Obanga si bwekityo, oli bwaba akyali
wala nyo, atuma ababaka nasaba ebyokutaba-
33 gana. Kale bwekityo buli muntu yena kumwe

atagana byona byali nabyo, tainza kuba muigirizwa wange. Kale omunyo mulungi: naye 34
nomunyo bwegugwamu ensa, muli'zamu ki?
Tegusanira nimiro newakubade olubungo, bagu- 35
sula bweru. Alina amatu agokuwulira, awulire.

15.

Awo abawoza bona nabalina ebibi bali nga 1
bamusemberera okumuwulira. Abafalisayo era 2
nabawandisi nebemulugunya, nga bagamba nti
Ono asembeza abalina ebibi, era alya nabo.

Nabagerera olugero luno, ngagamba nti Muntu 3, 4
ki kumwe alina endiga ekikumi, bwabulwako
emu, ataleka ziri ekyenda mu omwenda ku tale,
nagoberera eri eyabuze, okutusa lwaligiraba?
Awo bwagiraba, agisa ku kibegabegakye nga- 5
sanyuka. Bwatuka eka, aita mikwanogye ne 6
baliranwabe, nabagamba nti Munsanyukireko,
kubanga ndabye endiga yange eyabade ebuze.
Mbagamba nti Bwekityo liriba sanyu mu gulu 7
olwoyo alina ebibi omu eyenenya, okusinga
abatukirivu ekyenda mu omwenda, abatetaga
kwenenya.

Oba mukazi ki alina erupiya ekumi, bwabu- 8
lwako erupiya emu, atakoleza tabaza nayera
enyumba, nanyikira okunonya okutusa bwa-
ligiraba? Bwagiraba, aita mikwanogye ne bali- 9
ranwabe nagamba nti Musanyukireko, kubanga
ndabye erupiya eyabade embuze. Mbagamba 10
nti Bwekityo liba sanyu mu maso ga bamalaika
ba Katonda olwoyo alina ebibi omu eyenenya.

Nagamba nti Waliwo omuntu eyalina bata- 11
banibe babiri: omuto nagamba kitawe nti 12
Kitange, mpa omugabo gwebintu ogungwanide.

13 Awo nabagabira ebyobulamubwe. Awo oluva-
nyuma lwenaku si nyingi, oyo omwana omuto na-
kung'anya (ebibye) byona, natambula (nagenda)
munsi yewala; nasasanyiza eyo ebintubye mu
14 mpisa embi. Awo bweyamala okubirya byona,
enjala nyingi negwa munsi omwo, natanula
15 okudagana. Nagenda neyegata nomwami owo-
munsi eyo; oyo namusindika mu kyalokye oku-
16 lunda embizi. Neyegomba okukuta ebikuta
embizi byezalyanga: newatabawo muntu amuwa.
17 Naye bweyedamu, nagamba nti Abadu bameka
abempera aba kitange abakuta emere nebale-
18 mwa, nange nfira wano enjala! Nagolokoka
neng'enda eri kitange, nemugamba nti Kitange,
19 nyononye eri egulu ne mu masogo; sikyasana
kuitibwa mwanawo; nfula ngomu ku badubo
20 abempera. Nagolokoka naja eri kitawe. Naye
yali ngakyali wala, kitawe namulengera, namu-
sasira, nadukana mbiro, namugwa mu kifuba,
21 namunywegera nyo. Oyo omwana namugamba
nti Kitange, nyononye eri egulu ne mu masogo;
22 sikyasana kuitibwa mwanawo. Naye kitawe
nagamba abadube nti Mugende mulete mangu
olugoye olusinga zona, mulumwambaze: mu-
munanike empeta ku ngalo, nengato mu bigere-
23 bye: mulete nenyana eya sava, mugi'te, tulye,
24 tusanyuke; kubanga omwana wange ono yali
afude, azukide; yali azaye, azawuse. Nebasoka
25 okusanyuka. Naye omwanawe omukulu yali
mu kyalo; bweyaja nganatera okutuka ku
26 nyumba, nawulira eng'oma namazina. Ku badu
27 naitako omu, namubuza ebyo bwebibade. Na-
mugamba nti Mugandawo aze: ne kitawo
amutide enyana eya sava kubanga amuzawude
28 nga mulamu. Naye nasunguwala, natayagala

kuingira: kitawe nafuluma namwegairira. Naye 29
ye nadamu nagamba kitawe nti Laba, emyaka
gino mingi nga nkuwereza, so sikusobyanga na
katono kyondagide; nange enaku zona tompa-
nga na kabuzi ka kusanyuka ne mikwano
gyange: naye omwanawo oyo, eyalya ebyo- 30
bulamubwo wamu nabenzi, bwaze, ngomu'tira
enyana eya sava. Ye namugamba nti Mwana 31
wange, gwe bulijo ngoli wamu nange, era byona
ebyange bye bibyo. Naye okujaguza noku- 32
sanyuka kwa nsonga; kubanga mugandawo oyo
yali afude, azukide; era yali azaye, azawuse.

16.

Awo nagamba abaigirizwabe nabo nti Waliwo 1
omuntu omugaga eyalina omuwanikawe; oyo ne-
bamulopa gyali ngasasanya ebintubye. Na- 2
muita namugamba nti Kiki kino kyempulira
kugwe? bala omuwendo ogwobuwanikabwo;
kubanga toinza nate kubera muwanika. Oyo 3
omuwanika nayogera mundaye nti Nakola ntya,
kubanga mukama wange anziyako obuwanika
bwange? sirina galima; nokusaba nkwatibwa
ensonyi. Manyi kyenakola, bwenagobebwa mu 4
buwanika, bansembeze mu nyumba zabwe.
Naita buli alina ebanja lya mukamawe, na- 5
gamba owoluberyeberye nti Mukama wange
akubanja ki? Nagamba nti Ebigero byamafuta 6
kikumi. Namugamba nti Twala olupapulalwo,
otule mangu owandike amakumi atano. Ate 7
nagamba omulala nti Nawe obanjibwa ki? Na-
gamba nti Emitwalo gyengano kikumi. Na-
mugamba nti Twala olupapulalwo, owandike ki-
nana. Awo mukamawe namutendereza oyo 8

omuwanika omulyazamanyi kubanga akoze bya magezi: kubanga abana abebiro bino bagezigezi mu mirembe gyabwe okusinga abana bomusana.
9 Nange mbagamba nti Mwekwanire emikwano mu mamona atali mutukirivu; bwaligwawo,
10 babasembeze mu wema ziri ezitagwawo. Aba omwesigwa ku kintu ekitono enyo, ne ku kinene aba mwesigwa: era aba omulyazamanyi ku kintu ekitono enyo, ne ku kinene aba
11 mulyazamanyi. Kale bwemutaba besigwa ku mamona atali mutukirivu, ani alibasigira (obu-
12 gaga) obwamazima? Era bwemutaba besigwa kwekyo ekya bene, ekyamwe ani alikibawa?
13 Tewali muwereza ainza okuwereza abami ababiri; kubanga oba alikyawako omu nayagala omulala; oba alinyuwerera kwomu nanyoma omulala. Temuinza kuwereza Katonda ne mamona.
14 Nabafalisayo, abali abagazi befeza, nebawuli-
15 ra ebyo byona; nebamusekerera. Nabagamba nti Mwe mumwo abefula abatukirivu mu maso gabantu; naye Katonda amanyi emitima gyamwe; kubanga ekigulumizibwa mu bantu kya
16 muzizo mu maso ga Katonda. Amateka ne banabi (byabawo) okutuka ku Yokana: okusoka mu biro ebyo enjiri yobwakabaka bwa Katonda ebulirwa, era buli muntu abuingiramu lwa ma-
17 nyi. Naye kyangu egulu nensi okugwawo, okusinga enukuta emu eyamateka okugwawo.
18 Buli muntu yena agoba mukaziwe nawasa omulala, ngayenze; noyo awasa eyagobebwa bawe, ngayenze.
19 Awo waliwo omuntu omugaga eyayambalanga olugoye olwefulungu ne bafuta enungi,
20 ngasanyuka bulijo mu kwesima: era waliwo no-

mwavu erinyalye Lazalo eyagalamizibwanga ku
muzigogwe, eyali awumusewumuse amabwa,
nga yegomba oku'kuta ebyagwanga okuva ku 21
meza yomugaga; era embwa nazo zajanga nezi-
mukomberera amabwago. Awo olwatuka omwa- 22
vu nafa, nasitulibwa bamalaika nasibwa mu ki-
fuba kya Ibulaimu. Nomugaga nafa, nazi-
kibwa. Naimusiza amasoge mu magombe nga- 23
li mu kulumizibwa, nalengera Ibulaimu wala,
ne Lazalo ngali mu kifubakye. Nayogerera 24
wagulu nagamba nti Kitange Ibulaimu, nsasira,
otume Lazalo, anyike ensonda yolunwerwe mu
ma'zi, ampozewoze olulimi lwange; kubanga
numwa mu muliro guno. Naye Ibulaimu na- 25
mugamba nti Mwana wange, jukira nga wawe-
bwa ebirungibyo mu bulamubwo, era ne Laza-
lo bwatyo ebibi; naye kakano yasanyusibwa,
gwolumwa. Era kwebyo byona, wakati wafe 26
namwe waliwo olukonko oluwanvu olwatekebwawo, abagala okuva eno okuja gyemuli baleme okuinza, era baleme okuvayo okuitawo okuja gyetuli. Nagamba nti Kale, nkwegairide, kita- 27
nge, omutume mu nyumba ya kitange; kuba- 28
nga nina aboluganda batano; abategeze baleme okuja nabo mu kifo kino ekirimu okulumwa.
Naye Ibulaimu nagamba nti Balina Musa ne 29
banabi; babawulire abo. Nagamba nti Neda, 30
kitange Ibulaimu; naye omu ku bafu bwali-
genda gyebali balyenenya. Namugamba nti 31
Bwebatawulira Musa ne banabi, era newakuba-
de omu ku bafu bwalizukira, talibakirizisa.

17.

1 Nagamba abaigirizwabe nti Tekiinzika ebisi-
taza obutaja; naye zimusanze oyo abireta!
2 Wakiri oyo okusibibwa olubengo mu bulagobwe,
okusulibwa mu nyanja, okusinga okusitaza omu
3 kwabo abatono. Mwekume: mugandawo bwa-
yononanga, omubuliriranga; bweyenenyanga,
4 omusonyiwanga. Era bwakwononanga emiru-
ndi omusanvu ku lunaku olumu, era emirundi
omusanvu nakukyukira ngagamba nti Nene-
nye'za; omusonyiwanga.
5 Abatume nebagamba Mukama wafe nti Otwo-
6 ngereko okukiriza. Mukama wafe nagamba
nti Singa mulina okukiriza ngakaweke ka
kaladali, mwandigambye omusikamini guno nti
Siguka osimbibwe mu nyanja; era gwandiba-
7 wulide. Naye ani kumwe, alina omudu nga-
lima oba ngalunda endiga, bwaingira ngava
mu lusuku, alimugamba nti Jangu mangwago
8 otule olye; naye atamugamba nti Jula emere
ndye, wesibe, ompereze, male okulya noku-
9 nywa; nawe olyoke olye era onywe? Amwe-
10 baza omudu oyo olwokukola byalagidwa? Era
namwe bwemutyo, bwemumalanga okukola
byona byemwalagirwa, mugambenga nti Fe
tuli badu abatasana; ebyatugwanira okukola
byetukoze.
11 Awo olwatuka bwebali mu kubo nga bagenda
Eyerusalemi yali ngaita wakati wa Samaliya ne
12 Galiraya. Awo bweyaingira mu kyalo ekimu
nebamusisinkana abantu kumi abagenge, aba-
13 imirira ewala: nebogerera wagulu nebagamba
14 nti Isa, Mukama wafe, otusasire. Bweyabalaba

nabagamba nti Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwatuka bwebali nga bagenda nebalongosebwa. Awo omu kubo, bweyalaba ngawonye, 15
nakomawo natendereza Katonda nedobozi dene; navunama awali ebigerebye, ngamwebaza: era 16
oyo yali Musamaliya. Isa nadamu nagamba nti 17
Ekumi bona tebalongosebwa? naye bali omwenda balirudawa? Tebalabise abakomawo oku- 18
mutendereza Katonda, wabula omugenyi ono?
Namugamba nti Imuka, wegendere: okukiriza- 19
kwo kukuwonyeza.

Bweyabuzibwa Abafalisayo nti Obwakabaka 20
bwa Katonda buja di? nabadamu nagamba nti Obwakabaka bwa Katonda tebuja nga bulabika:
so tebaligamba nti Laba, (buli) wano! oba nti 21
(Buli) wali! kubanga, laba, obwakabaka bwa Katonda buli munda yamwe.

Nagamba abaigirizwabe nti Enaku zigenda 22
okuja lwemulyegomba okulaba olumu ku naku Zomwana womuntu, so temulirulaba. Awo bali- 23
bagamba nti Laba, wali! Laba, wano! temugendanga, so temugobereranga; kubanga oku- 24
myansa bwekumyansiza okuva ku luwi olumu olwegulu, nga bwekumasamasa ku luwi olulala olwegulu, bwatyo Omwana womuntu bwaliba ku lunakulwe. Naye okusoka kimugwanira oku- 25
bonyabonyezebwa ebingi nokuganibwa abemirembe gino. Era nga bwebyali mu naku za Nuwa, 26
bwebityo bwebiriba ne mu naku Zomwana womuntu. Bali nga balya, nga banywa, nga 27
bawasa, nga bawaira, okutusa ku lunaku Nuwa lweyaingira mu lyato, amataba negaja, negabazikiriza bona. Era nga bwebyali mu naku za 28
Luta; bali nga balya, nga banywa, nga bagula, nga batunda, nga basiga, nga bazimba; naye ku 29

lunaku luli Luta lweyava mu Sodoma, omuliro
nekiberiti nebitonya okuva mugulu nebibazikiriza
30 bona: bwebityo bwebiriba ku lunaku Omwana
31 womuntu lwalibikulibwa. Ku lunaku olwo, ali-
bera wagulu ku nyumba, nebintubye nga biri mu
nyumba, ta'kanga kubigyamu; nali mu lusuku
32 bwatyo tadanga nyuma. Mujukire mukazi wa
33 Luta. Buli anonya okulokola obulamubwe alibu-
34 buza; naye buli abubuza alibuwonya. Mbagamba
nti Mu kiro ekyo babiri baliba ku kitanda kimu;
35 omu alitwalibwa, nomulala alirekebwa. Abakazi
babiri baliba nga basera wamu; omu alitwalibwa,
36 nomulala alirekebwa. Ababiri baliba mu lusuku;
37 omu alitwalibwa, nomulala alirekebwa. Neba-
damu nebamugamba nti Wa, Mukama wafe?
Nabagamba nti Awaba omulambo, eyo nensega
wezirikung'anira.

18.

1 NABAGERERA olugero bwekibagwanira okusaba-
2 nga bulijo, obutakowanga; nagamba nti Waliwo
omulamuzi mu kibuga kimu, atatya Katonda,
3 era nga tasamu muntu kitibwa: era waliwo
munamwandu mu kibuga ekyo; najanga wali
4 ngagamba nti Namulira omulabe wange. Nata-
soka kukiriza; naye oluvanyuma nayogera mu-
ndaye nti Newakubade nga sitya Katonda, era
5 nga sisamu muntu kitibwa; naye olwokuntega-
nya namwandu ono (kwanteganya) namulamu-
6 lira, aleme okuntengeza ngaja olutata. Mukama
wafe nagamba nti Muwulire omulamuzi oyo
7 atali mutukirivu kyagamba. Kale ne Katonda
taliramulira balondebe abamukabirira emisana
8 nekiro, bāgumikiriza? Mbagamba nti Alibala-

mulira mangu. Naye Omwana womuntu bwa-
lija, aliraba okukiriza kunsi ?
Nabalala abali berowoza kubwabwe okuba 9
abatukirivu nga banyoma abalala bona, nabaga-
mba olugero luno, nti Abantu babiri balinya mu 10
yekalu okusaba, omu Mufalisayo, omulala mu-
woza. Omufalisayo naimirira nasaba yeka ebi- 11
gambo bino nti Ai Katonda, nkwebaza kuba-
nga siri nga bantu balala bona, abanyazi, aba-
lyazamanyi, abenzi, newakubade ngono omu-
woza. Nsiba emirundi ebiri mu naku omusa- 12
nvu ; mpayo ekitundu ekyekumi ku byona bye-
nfuna. Naye omuwoza naimirira wala, nataya- 13
gala na kuimusa masoge mu gulu, naye neyeku-
ba mu kifuba ngagamba nti Ai Katonda, onsa-
sire nze alina ebibi. Mbagamba nti Oyo yaka 14
okudayo mu nyumbaye ngaweredwa obutuki-
rivu okusinga oli ; kubanga buli eyegulumiza
alitowazibwa ; naye eyetowaza aligulumizibwa.
Awo nebaleta nabana abato wali, okubakoma- 15
ko : naye abaigirizwa bwebalaba, nebababogolera.
Naye Isa nabaita ngagamba nti Muleke abana 16
abato baje gyendi, temubagana : kubanga abali
ngabo obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe.
Mazima mbagamba nti Buli atalikiriza bwaka- 17
baka bwa Katonda ngomwana omuto, talibui-
ngiramu na katono.
Nomuntu omukulu omu namubuza ngagamba 18
nti Omuigiriza omulungi, nkole ki okusikira
obulamu obutagwawo ? Isa namugamba nti 19
Ompitira ki omulungi ? tewali mulungi wabula
omu, ye Katonda. Amateka ogamanyi nti To- 20
yendanga, To'tanga, Tobanga, Towairizanga,
Obasangamu ekitibwa kitawo ne nyoko. Naga- 21
mba nti Ebyo byona nabikwata okuva mu buto

22 bwange. Isa bweyawulira namugamba nti
Okyawebuseko kimu; tunda byoli nabyo byona,
obigabire abavu, kale oliba nobugaga mu gulu:
23 nolyoka oja nongoberera. Naye bweyawulira
ebyo nanakuwala nyo; kubanga yali mugaga
24 nyo. Awo Isa bweyamulaba nagamba nti Nga
kizibu abalina obugaga okuingira mu bwakaba-
25 ka bwa Katonda! Kubanga kyangu eng'amira
okuita mu nyindo yempiso, okusinga omugaga
26 okuingira mu bwakabwaka bwa Katonda. Aba-
wulira nebagamba nti Kale ani ainza okulokoka?
27 Naye nagamba nti Ebitainzika eri abantu
28 biinzika eri Katonda. Petero nagamba nti
29 Laba, fe twaleka byafe netukugoberera. Nabaga-
mba nti Mazima mbagamba nti Tewali muntu
eyaleka enyumba, oba mukazi, oba ba luganda,
oba bazade, oba bana, olwobwakabaka bwa Kato-
30 nda, atawebwa nate emirundi mingi mu biro bino,
ne mu biro ebigenda okuja obulamu obutagwawo.
31 Natwala abo ekumi nababiri nabagamba nti
Laba, tulinya Eyerusalemi, nebyo byona ebya-
wandikibwa banabi biritukirira ku Mwana wo-
32 muntu. Kubanga aliwebwayo mu bamawanga,
alidulirwa, aligirirwa ekyejo, aliwandirwa ama-
33 lusu: balimukuba emigo balimuta: era ku
34 lunaku olwokusatu alizukira. Nabo nebatate-
gerawo kwebyo nekimu; nekigambo ekyo kyali
kibakwekedwa, nebatategera ebyayogerwa.
35 Awo olwatuka bweyali nganatera okutuka
Eyeriko, omuzibe wamaso yali ngatude ku kubo
36 ngasabiriza; awo bweyawulira ekibina nga kiita,
37 nabuza nti kiki ekyo. Nebamubulira nti Isa
38 Omunazalesi aita. Nayogerera wagulu nga-
gamba nti Isa, omwana wa Daudi, onsasire.
39 Nabo abali bakulembede nebamubogolera oku-

sirika; naye ye neyeyongera nyo okwogerera wagulu nti Gwe omwana wa Daudi, onsasire. Isa naimirira, nalagira okumuleta wali; awo 40 bweyasembera okumpi, namubuza nti Oyagala 41 nkukolere ki? Nagamba nti Mukama wange, njagala okuzibula. Isa namugamba nti Zibula: 42 okukirizakwo kukulokode. Amangwago nazi- 43 bula, namugoberera ngagulumiza Katonda: nabantu bona bwebalaba nebatendereza Katonda.

19.

Naingira mu Yeriko naba ngaitamu. Awo 1, 2 laba, (waliwo) omuntu eyali aitibwa erinyalye Zakayo, naye yali mukulu wa bawoza, era nga mugaga. Nasala amagezi okulaba Isa bwali; 3 natainza olwekibina, kubanga ekigerokye yali mumpi. Nadukana nakulembera, nalinya ku 4 muti omusukomoli amulabe: kubanga yali agenda kuita mu kubo eryo. Awo Isa bweya- 5 tuka mu kifo wali, natunula wagulu, namugamba nti Zakayo, ka mangu; kubanga lero kingwanide okutula mu nyumbayo. Na'ka 6 mangu, namwaniriza ngasanyuka. Bwebalaba, 7 nebamwemulugunyiza bona, nga bagamba nti Aingide okusula omwomuntu alina ebibi. Za- 8 kayo naimirira nagamba Mukama wafe nti Laba, Mukama wange, ekitundu kyebintu byange mbawa abavu; obanga nalyazamanyanga omuntu yena ekintukye, muliira emirundi ena. Isa 9 namugamba nti Lero okulokolebwa kuze mu nyumba muno, kubanga naye mwana wa Ibulaimu. Kubanga Omwana womuntu yaja oku- 10 nonya nokulokola kiri ekyabula.

Awo bwebawulira ebyo neyeyongera nagera 11 olugero, kubanga yali kumpi ne Yerusalemi, era

kubanga bali balowoza ngobwakabaka bwa Ka-
12 tonda bugenda kulabika mangwago. Kyeyava
agamba nti Waliwo omuntu omukulu eyagenda
munsi yewala, okulya obwakabaka alyoke ako-
13 mewo. Naita abadube kumi, nabawa erateri kumi
eza feza, nabagamba nti Musubulenga okutusa
14 wendijira. Naye abasajabe nebamukyawa, ne-
batuma ababaka enyumawe, nga bagamba nti
15 Tetwagala oyo kutufuga. Awo olwatuka bwe-
yakomawo ngamaze okulya obwakabaka, nala-
gira okuita abadu abo beyawa efeza, alyoke
16 amanye amagoba gebasubula. Owoluberyeberye
naja nagamba nti Mukama wange, erateriyo yago-
17 bamu erateri kumi. Namugamba nti Webale,
omudu omulungi: kubanga wali mwesigwa ku
kintu ekitono enyo, kale ba nobuinza ku bibuga
18 kumi. Naja owokubiri ngagamba nti Mukama
19 wange, erateriyo yagobamu erateri tano. Noyo
20 namugamba nti Nawe ba ku bibuga bitano. No-
mulala naja nagamba nti Mukama wange, laba,
erateriyo(eno)gyenatereka ngesibidwa mukiwero:
21 kubanga nakutya kubanga oli muntu mukaka-
nyavu: olonda kyotatekawo, okungula kyotasiga.
22 Namugamba nti Nakusalira omusango mu ka-
mwako gwe, omudu omubi. Wali omanyi nga
nze ndi muntu mukakanyavu, nga nonda kyesa-
23 tekawo, nga nkungula kyesasiga; kale kiki
ekyakulobera okuwa efeza yange abasubuzi,
nange bwenandize nandigitute namagoba gayo?
24 Nagamba abali baimiride awo nti Mumugyeko
25 erateriye, mugiwe oyo alina erateri ekumi. Ne-
bamugamba nti Mukama wafe, alina erateri
26 kumi. Mbagamba nti Buli alina aliwebwa,
naye oyo atalina, era kiri kyali nakyo kirimugyi-
27 bwako. Naye abo abalabe bange abatayagala

nze kubafuga, mubalete wano, mubatire mu
maso gange.

Awo bweyamala okwogera ebyo, nakulembera 28
nalinya Eyerusalemi. Awo olwatuka bweyali 29
nganatera okutuka Ebesifage ne Besani, ku
lusozi oluitibwa olwa Zeituni, natuma ku
baigirizwabe babiri, ngagamba nti Mugende mu 30
kyalo ekiri mu maso gamwe; bwemunaingira
omwo munalaba omwana wendogoi ngesibidwa
etebagalwangako muntu: mugisumulule mugi-
rete. Era omuntu bwababuza nti Mugisumu- 31
lulira ki? mugambe bwemutyo nti Mukama
wafe yagyetaga. Nabo abatumibwa nebagenda, 32
nebalaba nga bwabagambye. Awo bwebali nga 33
basumulula omwana wendogoi, bananyiniyo
nebabagamba nti Musumululira ki omwana we-
ndogoi oyo? Nebagamba nti Mukama wafe 34
yagyetaga. Nebagireta eri Isa: nebalira engoye 35
zabwe ku mwana wendogoi, nebebagaza Isa.
Awo yali ngagenda nebalira engoye zabwe 36
mu lugudo. Awo bweyali nganatera okutuka 37
mu kiko kyolusozi olwa Zeituni, ekibina kyona
ekyabaigirizwa nebatanula okusanyuka noku-
tendereza Katonda nedobozi dene olwebya-
magero byona byebalaba; nga bagamba nti Awe- 38
redwa omukisa Kabaka aja nerinya lya Muka-
ma: emirembe mu gulu, nekitibwa wagulu
enyo. Abafalisayo abamu abomukibina nebamu- 39
gamba nti Omuigiriza, koma ku baigirizwabo.
Nadamu nabagamba nti Mbagamba nti Abo 40
bwebanasirika, amainja ganayogerera wagulu.

Awo bweyasembera okumpi, nalaba ekibuga 41
nakikabira, ngagamba nti Singa omanyi ku 42
lunaku luno, gwe, ebigambo ebyemirembe! naye
kakano bikwekedwa amasogo. Kubanga enaku 43

zirikujira, abalabebo lwebalikuzimbako ekigo,
44 balikwetolola, balikuziiza enjuwi zona, balikusula
wansi, nabanabo abali mundayo; so tebaliku-
lekamu jinja (eriri) kungulu ku jinja; kubanga
tewamanya biro bya kukyalirwakwo.
45 Naingira mu yekalu, nasoka okubagobamu
46 abali batunda ngabagamba nti Kyawandikibwa
nti Era enyumba yange eriba nyumba ya kusa-
birangamu: naye mwe mugifude mpuku ya
banyazi.
47 Awo naigirizanga mu yekalu buli lunaku.
Naye bakabona abakulu nabawandisi nabakulu
48 babantu nebasala amagezi okumuzikiriza: ne-
batalaba kyebanakola; kubanga abantu bona
bamusako nyo omwoyo nga bamuwulira.

20.

1 Awo olwatuka ku lunaku lumu kwezo, yali
ngaigiriza abantu mu yekalu, ngabulira enjiri,
bakabona abakulu nabawandisi wamu nabakade
2 nebamujira; nebogera nga bamugamba nti Tu-
bulire; buinza ki obukukoza bino? Oba ani
3 eyakuwa obuinza obwo? Nadamu nabagamba
nti Nange kambabuze ekigambo kimu; mumbu-
4 lire: okubatiza kwa Yokana kwava mu gulu na-
5 ntiki mu bantu? Nebatesa boka na boka, nga
bagamba nti bwetunagamba nti Kwava mu gulu;
anagamba nti Kiki ekyabalobera okumukiriza?
6 Naye bwetunagamba nti Kwava mu bantu; aba-
ntu bona banatukuba amainja: kubanga bakiri-
7 riza dala Yokana okuba nabi. Nebadamu nti
8 tebamanyi gyekwava. Isa nabagamba nti Kale
nange sibabulire mwe buinza obunkoza bino.

Nasoka okubabulira abantu olugero luno nti 9
Omuntu omu yasimba olusuku lwemizabibu, nalusigira abalimi, nagenda munsi endala nalwayo.
Awo mu biro byomwaka abalimi nabatumira 10
omudu, bamuwe ku bibala byomulusuku lwemizabibu: naye abalimi nebamukuba, nebamusindika nga talina kintu.
Nayongera okutuma 11
omudu omulala; noyo nebamukuba, nebamuswaza nebamusindika nga talina kintu.
Nayongera 12
okutuma owokusatu: noyo naye nebamufumita nebamugoba.
Oyo Mukama wolusuku lwemi- 13
zabibu nagamba nti Nakola ntya? Kantume omwana wange omwagalwa: mpo'zi oyo balimusamu ekitibwa.
Naye abalimi bwebamulaba, ne- 14
batesa boka na boka, nga bagamba nti Ono ye musika: tumute, obusika bube bwafe.
Nebamu- 15
goba mu lusuku lwemizabibu, nebamuta.
Kale alibakola atya mukama wolusuku lwemizabibu?
Alija nabazikiriza abalimi abo, nolusuku lwemi- 16
zabibu aliruwa abalala.
Bwebawulira ebyo, ne-
bagamba nti Bireme okubawo.
Naye ye naba- 17
tunulira nagamba nti Kale kiki kino ekyawandikibwa nti

Ejinja abazimbi lyebagana,
Eryo lye lyafuka ekulu eryokunsonda?

Buli agwa kujinja eryo alimenyekamenyeka; na- 18
ye oyo gwerirugwako, lirimufumula ngenfufu.
Awo abawandisi ne bakabona abakulu neba- 19
sala amagezi okumusako emikono mu kisera ekyo; nebatya abantu; kubanga bategera nti kubo kwagerede olugero olwo.
Nebamulabirira, 20
nebatuma abakesi nga befula abatukirivu, bagyeko ensonga ku bigambobye, balyoke bamuweyo eri okufuga okwowesaza neri obuinzabwe.
Neba- 21
mubuza, nga bagamba nti Omuigiriza, tumanyi

ngoyogera era ngoigiriza ebyamazima, so tososola
mu bantu, naye oigiriza mazima ekubo lya Ka-
22 tonda: kirungi fe okuwanga Kaisali omusolo,
23 nantiki siwewawo? Naye nategera obukusa bwa-
24 bwe, nabagamba nti Mundage edinali. Ekifana-
nyi ekiriko nobuwandikeko byani? Bo neba-
25 gamba nti Bya Kaisali. Nabagamba nti Kale
ebya Kaisali mumusasulenga Kaisali, nebya
26 Katonda mumusasulenga Katonda. Nebatainza
kugyako nsonga ku kigambo ekyo mu maso
gabantu, nebewunya kyazemu, nebasirika.
27 Abasadukayo abamu nebaja gyali, abagamba
28 nti tewali kuzukira; nebamubuza, nga bagamba
nti Omuigiriza, Musa yatuwandikira nti Muga-
nda womuntu bwafanga ngalina omukazi, nga ta-
lina mwana, mugandawe awase omukazi oyo, azi-
29 zewo mugandawe ezade. Awo waliwo aboluganda
musanvu: owoluberyeberye nawasa omukazi,
30 nafa nga talina mwana; nowokubiri; nowokusatu
31 namuwasa; era bwebatyo bali omusanvu nebafa,
32 nebatalekawo bana. Oluvanyuma nomukazi na-
33 fa. Kale mu kuzukira aliba mukani kwabo? ku-
34 banga bali omusanvu bamuwasa. Isa nabagamba
35 nti Abana bensi eno bawasa, bafumbizibwa: naye
bali abasanyizibwa okutuka munsi eyo ne mu
kuzukira okwomubafu, tebawasa, so tebafumbizi-
36 bwa: kubanga nokufa tebainza kufa nate: kuba-
nga bali nga bamalaika; era be bana ba Kato-
37 nda, bwebali abana bokuzukira. Naye ngabafu
bazukira, ne Musa yalaga ku kisaka bweyamu-
ita Mukama Katonda wa Ibulaimu, era Katonda
38 wa Isaka, era Katonda wa Yakobo. Naye ye si
Katonda wa bafu, naye wa balamu: kubanga bo-
39 na baba balamu kububwe. Abawandisi abamu
nebadamu, nga bagamba nti Omuigiriza, oyogede

bulungi. Kubanga tebayanganga kumubuza ki- 40
gambo kyona nate.

Nabagamba nti Bogera batya nga Masiya ye 41
mwana wa Daudi? Kubanga Daudi ye nyini 42
ayogera mu kitabo kya Zabuli nti

Mukama yagamba Mukama wange nti
Tula mu mukono gwange ogwadyo,
Okutusa lwendifula abalabebo entebe yebige- 43
rebyo.

Daudi amuita Mukamawe, kale mwanawe 44
atya? Awo abantu bona bwebali nga bamuwulira, 45
nagamba abaigirizwabe nti Mwekume abawa- 46
ndisi, abagala okutambulira mu ngoye empanvu,
abagala okulamusibwa mu butale, nentebe ezo-
kumanjo mu makung'aniro, nebifo ebyekitibwa
ku mbaga; abanyaga enyumba za banamwandu, 47
abasaba enyo mu bunanfusi: abo balisalirwa
omusango ogusinga obunene.

21.

Awo naimusa amaso, nalaba abagaga abali 1
basula ebirabo byabwe mu gwanika. Nalaba 2
munamwandu omu omwavu ngasula omwo
ebitundu byepesa bibiri. Nagamba nti Mazima 3
mbagamba nti Namwandu ono omwavu asu-
demu bingi okusinga bona: kubanga abo bona 4
basude ku bibafi'kiriride mu birabo: naye oyo mu
kwetagakwe asudemu byona byali nabyo, bwe
bulamubwe bwona.

Era abamu bwebali bogera ku yekalu, bwe- 5
yayonjebwa namainja amalungi nebiwebwayo,
nagamba nti Bino byemulaba, enaku zigenda 6
okuja, lwewatalirekebwa jinja eriri ku jinja
wano eritalisulibwa. Nebamubuza nga bagamba 7

nti Omuigiriza, kale ebyo biribawo di? Naka-
bonero ki ebyo bwebiriba nga bigenda okubawo?
8 Nagamba nti Mulabe muleme okukyamizibwa;
kubanga bangi abalija nerinya lyange, nga boge-
ra nti Nze nzuno; era nti Obude bunatera okutu-
9 ka: temugendanga nyuma wabwe. Era bwemu-
wuliranga entalo nebikankano, temwekanga:
kubanga ebyo kibigwanira okusoka okuja; naye
enkomerero terituka mangwago.
10 Nalyoka abagamba nti Egwanga lirirumba
egwanga, nobwakabaka bulirumba obwakabaka;
11 walibawo nebikankano ebinene, ne mu bifo ebi-
rala enjala ne kawumpuli; walibawo nebitisa
12 nobubonero obunene obuva mu gulu. Naye
ebyo byona nga tebinabawo, balibasako emikono,
balibaiganya, nga babawayo mu makung'aniro
ne mu makomera nga babatwala eri bakabaka
13 nabamasaza olwerinya lyange. Kiriba muju-
14 lirwa gyemuli. Kale mukiteke mu mitima gya-
mwe, obutasokanga kulowoza byemulidamu:
15 kubanga nze ndibawa akamwa namagezi, abalabe
bamwe bona byebataliinza kuwakana nabyo ne-
16 wakubade okubigana. Naye muliwebwayo aba-
kade bamwe, naboluganda, nabekika, nabomu-
17 kwano; nabamu kumwe balibasa. Namwe
18 mulikyaibwa bona olwerinya lyange. Noluviri
olwokumitwe gyamwe terulibula na katono.
19 Mu kugumikiriza kwamwe mulifuna obulamu
bwamwe.
20 Naye bwemuliraba Yerusalemi nga kyetolodwa
egye, nemulyoka mutegera nti okuzikirira kwa-
21 kyo kunatera okutuka. Mu biro ebyo ababanga
mu Buyudaya badukiranga ku nsozi; nababanga
wakati mukyo bakifulumangamu; nababanga
22 mu byalo tebakiingirangamu. Kubanga ezo ze

naku ezokuwalana egwanga, ebyawandikibwa byona biryoke bitukiririre. Ziribasanga abaliba 23
nembuto nabayonsa mu nako ezo! kubanga waliba okulaba enaku enyingi kunsi nobusungu eri abantu abo. Balitibwa nobwogi bwekitala, bali- 24
nyagibwa okutwalibwa mu mawanga gona; ne Yerusalemi kiririnyirirwa abamawanga okutusa ebiro byabamawanga lwebiritukirira. Era wa- 25
libawo nobubonero ku njuba ne ku mwezi ne ku munyenye; ne kunsi amawanga galinakuwala, nga basamalirira olwokuwuma kwenyanja namayengo; abantu nga bazirika olwentisa nolwoku- 26
tunulira ebyo ebija kunsi: kubanga amanyi agomugulu galikankanyizibwa. Nebalyoka ba- 27
mulaba Omwana womuntu ngajira mu kire namanyi nekitibwa kinene. Naye (ebigambo) e- 28
byo bwebitanulanga okubawo mutununulanga wagulu, muimusanga emitwe gyamwe: kubanga okununulibwa kwamwe kunatera okutuka.

Nabagamba olugero; nti Mulabe omutini nemi- 29
ti gyona; awo bwegitojera, mulaba nemutegera 30
mweka, nti kakano okukungula kuli kumpi. Era 31
namwe bwemutyo, bwemulabanga ebyo nga bibawo mumanyanga nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi. Mazima mbagamba nti 32
Emirembe gino tegirigwawo na katono okutusa ebyo byona webiribawo. Egulu nensi bi- 33
rigwawo: naye ebigambo byange tebirigwawo na katono.

Naye mwekume emitima gyamwe gireme oku- 34
zitowererwa olwobuluvu nokutamira nokweralikirira ebyobulamu buno, era olunaku luli luleme okubatukako ngekyambika; kubanga (bweru- 35
tyo) bwerulibatukako bona abali kunsi yona.
Naye mutununulenga mu biro byona musabenga 36

musobole okuduka ebyo byona ebigenda okubawo nokuimirira mu maso Gomwana womuntu.
37 Awo buli lunaku yaigirizanga mu yekalu; bwebwazibanga nafuluma nasula ku lusozi olu-
38 itibwa olwa Zeituni. Abantu bona nebakeranga enkya okugenda gyali mu yekalu okumuwulira.

22.

1 Awo embaga eyemigati egitazimbulukuswa
2 eitibwa Okuitako yali enatera okutuka. Bakabona abakulu nabawandisi nebasala amagezi bwebanamu'ta; kubanga bāli batya abantu.
3 Awo Setani naingira mu Yuda aitibwa Isikalyota eyali ku muwendo gwabo ekumi nababiri.
4 Navayo nagenda, natesa ne bakabona abakulu
5 nabami ba serikale bwanamuwayo gyebali. Ne-
6 basanyuka nebalagana okumuwa efeza. Nakiriza nanonya ebanga mwanamuwerayo gyebali
7 awatali kibina. Awo olunaku olwemigati egitazimbulukuswa nerutuka, olugwanide okusalirwa-
8 ko Okuitako. Natuma Petero ne Yokana ngagamba nti Mugende mututegekere Okuitako
9 tugirye. Nebamugamba nti Oyagala tugitege-
10 kere wa? Nabagamba nti Laba, bwemunaba muingide mu kibuga omuntu anasisinkana namwe eyetise ensuwa yama'zi; mumugoberere mu
11 nyumba mwanaingira. Nemugamba nanyini nyumba nti Omuigiriza akugambye nti Enyumba yabagenyi eriwa, mwenalira Okuitako awa-
12 mu nabaigirizwa bange? Era oyo anabalaga
13 enyumba enene eyawagulu etimbidwa: mutegekere omwo. Nebagenda, nebalaba nga bwabagambye: nebategeka Okuitako.
14 Awo ekisera bwekyatuka, natula ku mere,

nabatume awamu naye. Nabagamba nti Nego- 15
mbye nyo okulira awamu namwe Okuitako kuno
nga sinabonyabonyezebwa: kubanga mbagamba 16
nti Sirigirya na katono, okutusa lweritukirira
mu bwakabaka bwa Katonda. Nadira endeku, 17
neyebaza nagamba nti Mutole eno mugabane
mweka na mweka: kubanga mbagamba nti Siri- 18
nywa okusoka kakano ku bibala ebyomuzabibu,
okutusa obwakabaka bwa Katonda lwebulija.
Nadira emere neyebaza, nagimenyamu, nabawa 19
ngagamba nti Guno gwe mubiri gwange oguwe-
bwayo kulwamwe: mukolenga bwemutyo okunji-
jukira nze. Era nendeku bwatyo bwebamala 20
okulya, ngagamba nti Endeku eno ye ndagano
empya mu musai gwange, oguyika kulwamwe.
Naye, laba, omukono gwoyo andyamu olukwe guli 21
wamu nange ku meza. Kubanga Omwana wo- 22
muntu okugenda agenda, nga bwekyalagirwa:
naye zimusanze omuntu oyo amulyamu olukwe!
Nebatanula okwebuzaganya boka nti anaba ani 23
kubo agenda okukola ekyo.

Newabawo nempaka mubo, nti ani kubo 24
alowozebwa okuba omukulu. Nabagamba nti 25
Bakabaka babamawanga babafuga; nabo abalina
obuinza kubo baitibwa abakola obulungi. Naye 26
mwe si bwemutyo; naye omukulu mumwe abere
ngomuto; noyo akulembera, abe ngawereza.
Kubanga omukulu ani, atula ku mere, oba awere- 27
za? si oyo atula ku mere? Naye nze wakati
mumwe ninga awereza. Naye mwe mumu- 28
no abagumikirizanga awamu nange mu kukeme-
bwa kwange; nange mbaterekera obwakabaka, 29
nga Kitange bweyanterekera nze, mulyoke mu- 30
lye era munywere ku meza yange mu bwakabaka
bwange; era mulitula ku ntebe ezekitibwa, nga

musalira emisango ebika ekumi nebibiri Ebya-
31 baisiraeri. Simoni, Simoni, laba, Setani yega-
32 iride okubawewa mwe nge ngano: naye nze nkusabide, okukirizakwo kuleme okudirira: nawe bwomalanga okukyuka, onyuwezanga baganda-
33 bo. Namugamba nti Mukama wange, netesetese okugenda nawe ne mu komera ne mu kufa.
34 Nagamba nti Nkubulira gwe, Petero, enkoko lero teja kukokolima, nga tonanegana emirundi esatu nti to'manyi.
35 Nabagamba nti Bwenabatuma nga temulina nsawo, newakubade olukoba, newakubade engato, mwaliko kyemwetaga? Nebagamba nti Neda.
36 Nabagamba nti Naye kakano, alina ensawo, agitwale, nowolukoba bwatyo: naye atalina kitala
37 atunde olugoyerwe akigule. Kubanga mbagamba nti kino ekyawandikibwa kigwanide okutukirizibwa kunze nti Yabalirwa wamu nabasobya:
38 kubanga ekingwanira kirina okutukirira. Nebagamba nti Mukama wafe, laba, ebitala bibiri bibino. Nabagamba nti Binamala.
39 Nafuluma nagenda ku lusozi olwa Zeituni, ngempisaye bweyali; nabaigirizwabe nabo nebamu-
40 goberera. Awo bweyatuka mu kifo awo, nabagamba nti Musabe muleme okuingira mu kuke-
41 mebwa. Ye nabawukanako ebanga ngawakasukibwa ejinja; nafukamira nasaba, ngagamba nti
42 Kitange, bwoyagala, nziyako endeku eno: naye si nga nze bwenjagala, naye kyoyagala gwe kiko-
43 lebwe. Malaika nantulabikira ngava mu gulu
44 ngamusamu amanyi. Nafuba ngalumwa neye-yongera okusaba enyo entuyoze neziba ngama-
45 tondo gomusai, nga gatonya wansi Bweyago-lokoka mu kusaba, naja eri abaigirizwabe, naba-
46 sanga nga bebase olwenaku, nabagamba nti Eki-

bebasiza ki? mugolokoke musabe, muleme okuingira mu kukemebwa.

Yali akyayogera, laba, ekibina noyo aitibwa 47
Yuda, omu kwabo ekumi nababiri, ngabakulembede; nasemberera Isa okumunywegera.
Naye Isa namugamba nti Yuda, Omwana wo- 48
muntu omulyamu olukwe ngomunywegera?
Nabo beyali nabo bwebalaba ekigenda okubawo, 49
nebagamba nti Mukama wafe, tuteme nebitala?
Nomu kwabo natema omudu wa kabona omu- 50
kulu namusalako okutukwe okwadyo. Naye 51
Isa nadamu nagamba nti Muleke olwekyo kyoka. Nakoma ku kutukwe namuwonya. Isa 52
nagamba bakabona abakulu, nabami bomuyekalu, nabakade, abamujirira nti Munjijiride ngomunyazi, nebitala nemigo? Bwenabanga 53
namwe bulijo mu yekalu, temwangololera mikono gyamwe: naye kino kye kisera kyamwe, nobuinza bwekizikiza.

Nebamukwata, nebamutwala, nebamuingiza 54
mu nyumba ya kabona omukulu. Naye Petero nagoberera ngava wala. Awo bwebali nga 55
bamaze okukuma omuliro wakati mu lugya, nga batude wamu, Petero natula wakati mubo.
Awo omuwala omu bweyamulaba ngatude 56
awalaba, namwekaliriza, nagamba nti Nono yabade naye. Neyegana ngagamba nti Omukazi, 57
simumanyi. Ekisera bwekyaitawo, omulala na- 58
mulaba nagamba nti Nawe oli kubo. Naye Petero nagamba nti Omuntu, si nze. Wali 59
waisewo ekisera ngesawa emu, omulala nakaliriiriza ngagamba nti Mazima nono yabade wamu naye; kubanga Mugaliraya. Naye Pe- 60
tero nagamba nti Omuntu, simanyi kyoyogera.
Awo amangwago, bweyali ngakyayogera, enko-

61 ko nekokolima. Awo Mukama wafe nakyuka,
natunulira Petero. Petero najukira ekigambo
kya Mukama wafe, bweyamugambye nti Lero
enkoko eneba tenakokolima, ononegana emirundi
62 esatu. Nafuluma ebweru, nakaba nyo amaziga.
63 Nabantu abali bakute (Isa) nebamudulira nga
64 bamukuba. Nebamubika mu maso, nebamu-
buza, nga bagamba nti Lagula: ani akukubye?
65 Nebirala bingi nebabimwogerako nga bamuvu-
ma.
66 Awo obude bwebwakya, abakade babantu
nebakung'ana, bakabona abakulu era nabawandi-
si; nebamutwala mu lukiko lwabwe, nga baga-
67 mba nti Obanga gwe Masiya, tubulire. Naye
nabagamba nti Nebwenababulira, temukirize na
68 katono; nebwenababuza, temudemu na katono.
69 Naye okusoka kakano Omwana womuntu age-
nda kutula ku mukono ogwadyo ogwamanyi ga
70 Katonda. Bona nebagamba nti Kale gwoli
Mwana wa Katonda? Nabagamba nti Nga
71 bwemwogede nze nzuyo. Nebagamba nti Twe-
tagira ki ate abajulirwa? Kubanga fe twewuli-
ride mu kamwake ye.

23.

1 Ekibina kyona nekigolokoka, nekimutwala
2 ewa Pirato. Nebasoka okumulopa nga bagamba
nti Ono twamulaba ngakyamya egwanga lyafe,
ngabagana okuwa Kaisali omusolo, ngayogera
3 ye nyini okuba Masiya, kabaka. Pirato namu-
buza, ngagamba nti Gwe Kabaka Wabayudaya?
4 Namudamu nagamba nti Oyogede. Pirato na-
gamba bakabona abakulu nebibina nti Siraba
5 nsonga yona ku muntu ono. Naye bo nebeyo-

ngera okutairira nga bagamba nti Asasamaza abantu, ngaigiriza mu Buyudaya bwona, yasokera Egaliraya okutuka ne wano. Naye Pirato 6
bweyawulira, nabuza obanga omuntu oyo Mugaliraya. Bweyategera nga wa mu matwale ga 7
Kerode, namuwereza ewa Kerode, kubanga naye yali mu Yerusalemi mu naku ezo.

Awo Kerode bweyalaba Isa, nasanyuka nyo: 8
kubanga okuva eda yayagalanga okumulaba kubanga yawulira ebigambobye; nasubira okulaba ngakola akabonero. Namubuliriza ebigambo bi- 9
ngi, naye ye natamudamu kigambo. Bakabo- 10
na abakulu nabawandisi nebaimirira, nebanyuweza nyo okumulopa. Awo Kerode ne baserika- 11
lebe nebamunyoma, nebamudulira, nebamwambaza ekyambalo ekinekaneka nebamuzayo ewa Pirato. Kerode ne Pirato nebalyoka ba- 12
tabagana ku lunaku olwo; kubanga oluberyeberye bali bakyawaganye.

Pirato naita bakabona abakulu nabakungu na- 13
bantu, nabagamba nti Mundetede omuntu ono, 14
nti yakyamya abantu; era, laba, nze bwemukemerereza mu maso gamwe, sirabye nsonga ku muntu ono mwebyo byemumulopye; era, newaku- 15
bade Kerode, kubanga amuzi'za gyetuli; era, laba, tewali kigambo kyakoze ekisanide okumusa: kale bwenamala okumubonereza, namuta. Era 16, 17
kyamugwanira okubatera omusibeomu ku mbaga.
Naye nebakayana bona wamu, nga bagamba nti 18
Twala ono, otutere Balaba: ye muntu gwebasa 19
mu komera olwobujemu obwali mu kibuga, nolwobu'si. Pirato nayogera nabo nate, ngaya- 20
gala okuta Isa; naye bo nebogerera wagulu nga 21
bagamba nti Mukomerere, mukomerere. Naba- 22
gamba omulundi ogwokusatu nti Lwaki, ono

akoze kibi ki? Sirabye kuye nsonga emu'sa:
23 kale lwenamala okumubonereza, namuta. Naye
bo nebamuzitowerera namalobozi amanene, nga
begairira okumukomerera. Amalobozi gabwe
24 negasinga okukola. Pirato nasalawo ebigambo
25 kyebegairide. Nata oyo eyasulibwa mu kome-
ra olwobujemu nobu'si gwebamwegairide; naye
namuwayo Isa okumukola nga bwebagade.
26 Awo bali nga bamutwala, nebakwata Omuku-
lene Simoni, eyali ava mu kyalo, nebamutika
omusalaba, okugwetika ngava enyuma Isa.
27 Ekibina kinene nekimugoberera ekyabantu
28 nekyabakazi abamukabira, nebamulirira. Naye
Isa nabakyukira nagamba nti Abawala Abeye-
rusalemi, temunkabira nze, naye mukabire
29 mweka, nabana bamwe. Kubanga, laba, enaku
zija, mwebaligambira nti Balina omukisa abagu-
mba, nembuto ezitazala namabere agatayonsa.
30 Nebalyoka batanula okugamba ensozi nti Mutu-
31 gweko; nobusozi nti Mutuvunikire. Kubanga
bwebakola bino ku muti omubisi, ku mukalu ki-
riba kitya?
32 Era batwalibwa nabalala babiri, abakola obubi,
oku'tirwa awamu naye.
33 Awo bwebatuka mu kifo ekiitibwa kiwanga,
nebamukomererawo, na bali abakola obubi,
omu ku mukono ogwadyo, nomulala ku gwa kono.
34 Awo Isa nagamba nti Kitange, basonyiwe;
kubanga tebamanyi kyebakola. Nebagabana
35 ebyambalobye, nga bakuba akalulu. Abantu
nebaimirira nga batunulira. Abakungu nabo
nebamusekerera nga bagamba nti Yalokolanga
balala; yerokole yeka, obanga oyo ye Masiya
36 wa Katonda, omulondewe. Baserikale nabo ne-
bamudulira nga baja wali, nga bamuwa omwenge

omukatufu, nga bagamba nti Obanga gwe Kaba- 37
ka wa Bayudaya, werokole weka. Newabawo 38
nebaluwa waguluwe nti ONO YE KABAKA
WABAYUDAYA.

Omu kwabo abakola obubi abawanikibwa 39
namuvuma ngagamba nti Si gwe Masiya? We-
rokole weka nafe. Naye owokubiri nadamu 40
namunenya, nagamba nti Nokutya totya Ka-
tonda, kubanga oli ku musango gumu naye?
Era fe twalangibwa nsonga; kubanga ebisanide 41
byetwakola byetusasulibwa: naye ono takola-
nga kigambo ekitasana. Nagamba nti Isa, onji- 42
jukiranga bwolijira mu bwakabakabwo. Isa na- 43
mugamba nti Mazima nkugamba nti Lero
onoba nange mu Lusuku lwa Katonda.

Awo obude bwali butuse esawa nga mukaga, 44
newaba ekizikiza kunsi yona okutusa esawa
mwenda, enjuba obutayaka: negigi eryomu- 45
yekalu neriyulikamu wakati. Awo Isa nayo- 46
gera nedobozi dene, nagamba nti Kitange,
nteka omwoyo gwange mu mikonogyo: bwe-
yamala okwogera ekyo, nawayo obulamu. Awo 47
omwami wekitongole bweyalaba ekibadewo,
natendereza Katonda, ngagamba nti Mazima
ono abade muntu mutukirivu. Nebibina byona 48
ebyali bikung'anye okwerolera, bwebalaba ebiba-
dewo nebadayo nga bekuba mu bifuba. Nemi- 49
kwanogye bona, nabakazi abava naye Egaliraya,
nebaimirira wala nga balaba ebyo.

Awo laba, omuntu erinyalye Yusufu, eyali 50
omukungu, omuntu omulungi era omutukirivu
[oyo teyasa kimu mu kutesa kwabwe newaku- 51
bade mu kikolwa kyabwe], Owealimasaya, eki-
buga Kyabayudaya, eyali alindirira obwakabaka
bwa Katonda: oyo nagenda ewa Pirato, 52

53 nasaba omulambo gwa Isa. Naguwanula naguzinga mu lugoye olwa bafuta, namusa mu ntana
eyasimibwa mu jinja, omutatekebwanga muntu.
54 Awo lwali lunaku lwa Kutekateka, esabiti nge-
55 nebako enkya. Nabakazi beyava nabo Egaliraya, nebagoberera, nebalaba entana, nomulambo-
56 gwe bwegwatekebwa. Nebakomawo, nebategeka ebyakalosa namafuta agomugavu.

Ne ku lunaku olwa sabiti nebawumula nge-
24 teka bweriri. Awo ku lunaku olwoluberyeberye ku naku omusanvu, mu matulutulu enkya,
nebaja ku ntana, nebaleta ebyakalosa byebate-
2 geka. Nebalaba ejinja nga liiringisibwa okuva
3 ku ntana. Nebaingiramu, nebatasanga mulambo
4 gwa Mukama wafe Isa. Awo olwatuka bwebali basamaliride olwekyo, laba, abantu babiri nebaimirira webali, nga bambade engoye ezimasa-
5 masa: awo bwebali batya, nga bakutamye amaso gabwe wansi, nebabagamba nti Kiki eki-
6 banonyesa omulamu mu bafu? Taliwo wano, naye azukide: mujukire bweyayogera namwe
7 ngakyali mu Galiraya, ngagamba nti Kigwanira Omwana womutu okuwebwayo mu mikono gyabantu abalina ebibi, nokukomererwa, ne ku lu-
8 naku olwokusatu okuzukira. Awo nebajukira
9 ebigambobye, nebava ku ntana nebadayo, ebyo byona nebabibulira bali ekumi nomu, nabalala
10 bona. Bali Malyamu Magadalene, ne Yowana, ne Malyamu (nyina) Yakobo: nabakazi abalala wamu nabo nebabulira abatume ebigambo ebyo.
11 Ebigambo ebyo nebifanana mu maso gabwe nga
12 bya busirusiru; nebatabakiriza. Naye Petero nagolokoka nadukana ku ntana; nakutama nalingiza nalabamu ebiwero ebya bafuta, nga biri byoka; nakomawo ewuwe, nga yewunya ebibadewo.

Awo laba, ku lunaku olwo, babiri kubo bali 13
nga bagenda mu kyalo erinya lyakyo Emawo,
ekyali ewalako Neyerusalemi, sitadyo nkaga.
Nebanyumya boka na boka ebyo byona ebiba- 14
dewo. Awo olwatuka bali nga banyumya nga 15
bebuzaganya, Isa ye nyini nabasemberera, nage-
nda wamu nabo. Naye amaso gabwe negazi- 16
bwa baleme okumutegera. Nabagamba nti 17
Bigambo ki byemubuzaganya nga mutambula?
Nebaimirira nga bawotede. Omu kubo erinya- 18
lye Kuleopa nadamu namugamba nti Gwosula
weka mu Yerusalemi atamanyi ebyabamu mu
naku zino? Nabagamba nti Bigambo ki? Neba- 19
mugamba nti Ebya Isa Omunazalesi, eyali nabi
owamanyi mu byeyakola nebyeyayogera mu maso
ga Katonda ne mu gabantu bona; ne bakabona 20
abakulu nabakungu bafe bwebamuwayo okumu-
salira omusango ogwokumuta, nebamukomerera.
Naye fe twali tusubira nti yalinunula Isiraeri. 21
Ate ne ku bino byona, lero zino enaku satu ebi-
gambo bino kasokede bibawo. Era nabakazi 22
abamu abewafe batuwunikiriza, abakera oku-
genda ku ntana; nebatasanga mulambogwe, 23
nebaja nebagamba nti balabye okwolesebwa
kwa bamalaika abagambye nti mulamu. Na- 24
bamu kwabo abali nafe bagenda ku ntana, ne-
basanga bwebatyo ngabakazi bwebagambye,
naye ye nebatamulaba. Awo ye nabagamba 25
nti Mwe abasirusiru, abagayavu mu mutima
okukiriza byona banabi byebayogera; tekyagwa- 26
nira Masiya okubonyabonyezebwa ebyo, alyoke
aingire mu kitibwakye? Nasokera ku Musa ne 27
ku banabi bona, nabategeza mu byawandikibwa
ebyo byona ebyamuwandikirwa ye. Nebase- 28
mbera kumpi nekyalo kyebali bagendamu: ye

29 naba ngabaisa okugenda mu maso. Nebamu-
waliriza nga bagamba nti Tula nafe: kubanga
obudde bugenda okuwungera, nenjuba egolobye
30 kakano. Naingira okutula nabo. Awo olwa-
tuka yali atude nabo ku mere, natola emere na-
31 gyebaza, nagimenyamu nabawa. Amaso gabwe
negazibuka nebamutegera; nabulirawo bo obu-
32 tamulaba. Nebebuzaganya nti Emitima gyafe
tegyabade gitutyemuka munda yafe, bweyabade
ayogera nafe mu kubo, ngatubikulira ebyawa-
33 ndikibwa? Nebaimuka mu kisera ekyo neba-
komawo Eyerusalemi, nebasanga bali ekumi
nomu, nabo bebali nabo, nga bakunganye nga
34 bagamba nti Mazima Mukama wafe azukide era
35 alabikide Simoni. Nabo nebabanyonyola biri
ebyomukubo, ne bweyategerekese gyebali olwo-
kumenyamu emere.

36 Awo bali nga bakyayogera ebyo, ye ye nyini
naimirira wakati wabwe, nabagamba nti Emire-
37 mbe gibe mumwe. Naye nebekanga nebatya,
38 nebalowoza nga balaba muzimu. Nabaga-
mba nti Ekiberalikiriza kiki? Nokubusabu-
39 sa kujira ki mu mitima gyamwe? Mulabe
engalo zange nebigere byange, nga nze nzuno
mwene: munkwateko mulabe; kubanga omu-
zimu tegulina nyama na magumba, nga bwemu-
40 laba nze bweninabyo. Bweyamala okwogera
41 ekyo, nabalaga engaloze nebigerebye. Awo
bwebali tebanaba kukiriza olwesanyu, nga bewu-
nya, nabagamba nti Mulina ekiribwa wano?
42 Nebamuwa ekitundu ekyekyenyanja ekyokye.
43 Nakitola nakirira mu maso gabwe.

44 Nabagamba nti Bino bye bigambo byange
byenababulira, nga nkyali namwe, bwekigwanira
byona okutukirizibwa, ebyawandikirwa nze mu

mateka ga Musa, ne mu banabi, ne mu zabuli.
Nalyoka abikula amagezi gabwe, bategere ebya- 45
wandikibwa; nabagamba nti Bwekityo bwekya- 46
wandikibwa, Masiya okubonyabonyezebwa noku-
zukira mu bafu ku lunaku olwokusatu; era ama- 47
wanga gona okubulirwa okwenenya nokugyi-
bwako ebibi mu linyalye, okusokera ku Yerusale-
mi. Mwe bajulirwa bebyo. Era laba mbawe- 48
reza mwe okusubiza kwa Kitange: naye mubere 49
mu kibuga okutusa lwemulyambazibwa amanyi
agava wagulu.

Nabatwala ebweru nabatusa Ebesaniya: nai- 50
musa emikonogye nabawa omukisa. Awo olwa- 51
tuka ngakyabawa omukisa, nabawukanako, na-
twalibwa mu gulu. Nabo nebamusinza, neba- 52
komawo Eyerusalemi nesanyu lingi: nebaberanga
mu yekalu bulijo, nga bebaza Katonda.

ENJIRI NGA BWEYAWANDIKIBWA

YOKANA.

1.

1 Ku luberyeberye waliwo Kigambo, Kigambo
naba awali Katonda, Kigambo naba Kato-
2 nda. Oyo yaliwo ku luberyeberye awali
3 Katonda. Ebintu byona byakolebwa kubwo-
yo; era awatali ye tewakolebwa kintu na
4 kimu ekyakolebwa. Obulamu bwali muye;
5 obulamu nebuba omusana gwabantu. Omu-
sana negwaka mu kizikiza, so ekizikiza te-
6 kyagutegera. Walabika omuntu, Katonda gwe-
7 yatuma, erinyalye Yokana. Oyo yaja olwo-
kutegeza ategeze ebyomusana, bona bakirize ku-
8 bubwe. Oyo siye omusana, wabula okutegeza
9 ebyomusana. Waliwo omusana ogwamazima,
10 ogwakira buli muntu, nga guja munsi. Yali
munsi, ensi yakolebwa kububwe, era ensi teya-
11 mutegera. Yaja mu matwalege, naye abali mu
12 matwalege tebamusembeza. Naye bona abamu-
sembeza yabawa obuinza okufuka abana ba Ka-
13 tonda, be bakiriza erinyalye: abatazalibwa mu-
sai, newakubade okwagala kwomubiri, newaku-
bade okwagala kwomuntu, naye (abazalibwa)
14 Katonda. Kigambo nafuka omubiri, nabe-
rako gyetuli [netulaba ekitibwakye, ekiti-
bwa ngekyoyo eyazalibwa omu yeka Kitafe],
15 ngajude ekisa namazima. Yokana namutegeza

nayogerera wagulu ngayogera nti Oyo gwenaga-
mba nti Aja enyuma wange ansose nze : kubanga
ye yali owoluberyeberye nange. Kubanga ku 16
kujulakwe fe fena kwetwawebwa, nekisa mu
kifo kyekisa. Kubanga amateka gawebwa ku- 17
bwa Musa ; ekisa namazima byabawo kubwa Isa
Masiya. Tewali eyali alabye ku Katonda wona- 18
wona ; Omwana eyazalibwa omu yeka, aba mu
kifuba kya Kitafe, oyo yamutegeza.

Kuno kwe kutegeza kwa Yokana, Abayudaya 19
abava Eyerusalemi bwebamutumira bakabona
Nabalevi okumubuza nti Gwani ? Nayatula, 20
nategana ; nayatula nti Nze si nze Masiya.
Nebamubuza nti Kale lwoli ani ? oli Eriya ? Na- 21
gamba nti Si nze ye. Gwe nabi oli ? Nadamu
nti Neda. Awo nebamugamba nti Lwoli ani ? 22
tubademu abatutumye. Weita ani ? Nagamba 23
nti Nze ndi dobozi lyomuntu ayogerera wagulu
mu dungu nti Mulungamye olugudo lwa Muka-
ma, nga nabi Isaya bweyayogera. Abatumibwa 24
bali ba mu Bafalisayo. Nebamubuza, nebamu- 25
gamba nti Oba gwe toli Masiya, oba Eriya, oba
nabi oli, kale kiki ekikubatizisa ? Yokana naba- 26
damu, ngagamba nti Nze mbatiza nama'zi : wa- 27
kati mumwe aimiride omuntu gwemutamanyi,
aja enyuma wange, so nange sisanira kusumulula
lukoba lwa ngatoye. Ebyo byakolerwa Besaniya, 28
emitala wa Yolidani, Yokana gyeyabatirizanga.

Olunaku olwokubiri nalaba Isa ngaja gyali, 29
nagamba nti Laba, Omwana wendiga wa Kato-
nda, agyawo ebibi byensi ! oyo gwenagamba nti 30
Enyuma wange eja omuntu ansose : kubanga ye
yali owoluberyeberye nange. Nange samuma- 31
nya : naye ayolesebwe Isiraeri, kyenava njija nga
mbatiza nama'zi. Yokana nategeza ngagamba 32

nti Nalaba Omwoyo ngava mu gulu ngejiba;
33 nabera kuye. Nange samumanya: naye eyantuma okubatiza namazi, ye yangamba nti Gwoliraba Omwoyo ngaka ngabera kuye, oyo yabatiza
34 Nomwoyo Omutukuvu. Nange nendaba, nentegeza nti oyo ye Mwana wa Katonda.
35 Olunaku olwokubiri nate Yokana yali aimiri-
36 de nabokubaigirizwabe babiri; natunulira Isa ngatambula, nagamba nti Laba, Omwana wendiga
37 wa Katonda! Abaigirizwa abo ababiri nebawu-
38 lira ngayogera, nebagoberera Isa. Isa nakyuka nabalaba nga bamugoberera, nabagamba nti Munonya ki? Nebamugamba nti Labi [amakulu gakyo bwekitegezebwa nti Omuigiriza], osula
39 wa? Nabagamba nti Muje, munalabawo. Nebaja nebalaba wasula; nebasula ewuwe olunaku
40 olwo: obude bwali nga sawa ya kumi. Andereya, muganda wa Simoni Petero, ye mune wokubiri abawulira Yokana (ngayogera), nebamugobe-
41 rera. Ye nasoka okulaba mugandawe ye Simoni, namugamba nti Tumulabye Masiya, amakulu gakyo bwekitegezebwa nti Eyafukibwako amafuta.
42 Namuleta eri Isa. Isa namutunulira, nagamba nti Gwe Simoni omwana wa Yokana: onoitibwa Kefa, [amakulu galyo bweritegezebwa nti Petero].
43 Olunaku olwokubiri yayagala okuvayo okugenda Egaliraya, nalaba Firipo: Isa namugamba
44 nti Ngoberera. Naye Firipo yali Webesisaida,
45 mu kyalo kya Andereya ne Petero. Firipo nalaba Nasanaeri namugamba nti Tumulabye oyo Musa gweyawandikira mu Mateka ne banabi, Isa,
46 omwana wa Yusufu, Owenazalesi. Nasanaeri namugamba nti Mu Nazalesi muinza okuvamu ekintu ekirungi? Firipo namugamba nti Jangu

olabe. Isa nalaba Nasanaeri ngaja gyali, na- 47
mwogerako nti Laba Omuisiraeri amangwa, ata-
limu bukusa! Nasanaeri namugamba nti Wa- 48
ntegerera wa? Isa nadamu namugamba nti Firi-
po bwabade tanakuita, bwobade mu mutini, ne-
nkulaba. Nasanaeri namudamu nti Labi, gwe 49
Mwana wa Katonda; gwe Kabaka wa Isiraeri.
Isa nadamu namugamba nti Kubanga nkuga- 50
mbye nti nkulabye mu mutini, okiriza? Olira-
ba ebikulu okukira ebyo. Namugamba nti Dala 51
dala mbagamba nti Muliraba egulu nga libikuse,
ne bamalaika ba Katonda nga balinya era nga
baka ku Mwana womuntu.

2.

Olunaku olwokusatu, newaba embaga eyobu- 1
gole mu Kana Ekyegaliraya; ne nyina Isa yali-
wo; Isa nebamuita nabaigirizwabe ku mbaga. 2
Naye omwenge bwegwagwawo, nyina Isa namu- 3
gamba nti Tebalina mwenge. Isa namugamba nti 4
Omukyala, nvunana ki nze nawe? ekisera kya-
nge tekinaba kutuka. Nyina nabagamba abawe- 5
reza nti Kyanabagamba kyona, kyemukola.
Waliwo amasuwa agamainja mukaga, agatekе- 6
bwawo olwempisa eyokutukuza Kwabayudaya,
buli limu nga livamu ensuwa nga biri oba satu.
Isa nabagamba nti Amasuwa mugajuze ama'zi. 7
Nebagajuza okutusa ku migo. Nabagamba nti 8
Musene kakano, mumutwalire omugabuzi we-
mbaga. Nebamutwalira. Awo omugabuzi we- 9
mbaga bweyalega ku ma'zi agafuse omwenge,
natamanya gyeguvude [naye abawereza abasena
ama'zi nebamanya], omugabuzi wembaga namuita
awasiza omugole, namugamba nti Buli muntu aso- 10
ka kusawo mwenge mulungi; naye abantu bwe-

bakuta, nalyoka asawo omubi : (naye) gwoterese
11 omulungi okutusa kakano. Kano ke kabonero
Isa keyasokerako okukolera mu Kana Ekyegaliraya, nalabisa ekitibwakye; abaigirizwabe nebamukiriza.
12 Awo oluvanyuma lwekyo naserengeta Ekaperenaumu, ye ne nyina ne bagandabe nabaigirizwabe : nebamalayo enaku si nyingi.
13 Okuitako Okwabayudaya kwali kunatera oku-
14 tuka, Isa nayambuka Eyerusalemi. Nasanga mu yekalu abatunda ente nendiga namaiba, na-
15 bawanyisa efeza nga batude : nalanga omugwa gwengoye, nabagoba bona mu yekalu, nendiga nente; nayiwa efeza eza bali abawanyisa efeza,
16 navunika embawo zabwe; nabagamba abali batunda amaiba nti Mugyewo ebintu bino; muleme kufula nyumba ya Kitange nyumba ya buguzi.
17 Abaigirizwabe nebajukira nga kyawandikibwa
18 nti Obugya bwenyumbayo bulindya. Awo Abayudaya nebadamu nebamugamba nti Kabonero
19 ki kotwolesa akakukoza bino? Isa nadamu nabagamba nti Mumenye yekalu eno, nange ndigi-
20 zimbira enaku esatu. Awo Abayudaya nebogera nti Yekalu eno yazimbirwa emyaka amakumi ana mu mukaga, nawe oligizimbira enaku
21 satu? Naye yayogera ku yekalu ya mubirigwe.
22 Awo bweyazukizibwa mu bafu, abaigirizwabe nebajukira nti yayogera ekyo; nebakiriza ebyawandikibwa, nekigambo Isa kyeyayogera.
23 Awo bweyali mu Yĕrusalemi ku Kuitako, ku mbaga, bangi nebakiriza erinvalye, nga balaba
24 obubonerobwe bweyakola. Naye Isa natabeya-
25 bizamu kubanga yategera bona, era teyetaga muntu yena okutegeza ebyabantu; kubanga ye nvini yategera ebyali mu bantu.

3.

Awo waliwo omuntu owomu Bafalisayo ; eri- 1
nyalye Nikodemo, mwami mu Bayudaya : oyo 2
naja gyali ekiro, namugamba nti Labi, tumanyi
nti oli muigiriza eyava eri Katonda: kubanga te-
wali muntu ainza okukola obubonero buno bwo-
kola gwe, wabula Katonda ngali naye. Isa na- 3
damu namugamba nti Dala dala nkugamba nti
Omuntu bwatazalibwa mulundi gwa kubiri tainza
kulaba bwakabaka bwa Katonda. Nikodemo na- 4
mugamba nti Omuntu ainza atya okuzalibwa
bwaba nga mukade? ainza okuingira mu lubuto
lwa nyina omulundi ogwokubiri, nazalibwa? Isa 5
nadamu nti Dala dala nkugamba nti Omuntu
bwatazalibwa ma'zi na Mwoyo, tainza kuingira
mu bwakabaka bwa Katonda. Ekizalibwa omu- 6
biri kiba mubiri; nekizalibwa Omwoyo kiba
mwoyo. Tewewunya kubanga nkugambye nti 7
Kibagwanira okuzalibwa omulundi ogwokubiri.
Empewo ekuntira gyeyagala, nowulira okuwuma 8
kwayo, naye tomanyi gyeva, newakubade
gyegenda: bwatyo bwabera buli muntu yena
azalibwa Omwoyo. Nikodemo nadamu namu- 9
gamba nti Ebyo biinza bitya okubawo? Isa 10
nadamu namugamba nti Gwe omuigiriza wa Isi-
raeri, nototegera ebyo? Dala dala nkugamba 11
nti Twogera kyetumanyi, tutegeza kyetwalaba ;
so temukiriza kutegeza kwafe. Bwembabuli- 12
de ebyensi, nemutakiriza, mulikiriza mutya bwe-
nababulira ebyomugulu? Tewali muntu eyali 13
alinye mu gulu, wabula eyava mu gulu, (ye)
Mwana womuntu ali mu gulu. Nga Musa bwe- 14
yawanika omusota mu lukola, bwekityo Nomwa-

15 na womuntu kimugwanira okuwanikibwa: buli
muntu yena amukiriza abere nobulamu obuta-
gwawo muye.
16 Kubanga Katonda bweyayagala ensi bwati,
nokuwayo nawayo Omwanawe eyazalibwa omu
yeka, buli muntu yena amukiriza aleme okubu-
17 la, naye abere nobulamu obutagwawo. Kuba-
nga Katonda teyatuma Mwanawe munsi, okusa-
lira ensi omusango; naye ensi erokokere kuye.
18 Amukiriza tegumusinga: atamukiriza gumaze
okumusinga, kubanga takiri'za linya lya Mwa-
19 na eyazalibwa omu yeka owa Katonda. Guno
gwe musango kubanga omusana guze munsi,
abantu nebagala enzikiza okukira omusana; ku-
20 banga ebikolwa byabwe byali bibi. Kubanga
buli muntu yena akola ebitasana akyawa omusa-
na, so taja eri omusana, ebikolwabye bireme
21 okunenyezebwa. Naye akola amazima aja eri
omusana ebikolwabye birabike nga byakolerwa
mu Katonda.
22 Oluvanyuma lwebyo Isa naja nabaigirizwabe
munsi Yebuyudaya; nalwayo nabo, nabatiza.
23 Naye Yokana yali ngabatiriza mu Enoni kumpi
Nesalimu, kubanga yeri ama'zi amangi: neba-
24 ja, nebabatizibwa. Kubanga Yokana yali nga
25 tanatekebwa mu komera. Abaigirizwa ba Yoka-
na Nomuyudaya nebaba nempaka, mu bigambo
26 ebyokulongosa. Nebaja eri Yokana, nebamu-
gamba nti Labi, oli eyali nawe emitala wa Yoli-
dani, gwewategeza, laba, oyo abatiza; nabantu
27 bona baja gyali. Yokana nadamu nagamba nti
Omuntu tainza kuganya kigambo kyona wabula
28 ngakiweredwa okuva mu gulu. Mwe be nyi-
ni muli bajulirwa bange nga nayogera nti Si nze
Masiya, naye nga natumibwa kumukulembera.

Alina omugole yawasa: naye mukwano gwoyo 29
awasa, aimirira ngamuwulira, asanyukira nyo
edobozirye awasi'za: kale esanyu lyange eryo li-
tukiride. Ye kimugwanira okukula, naye nze 30
okutowala.

Ava mu gulu yafuga byona; owomunsi aba 31
wa munsi, ayogera bya munsi: ava mu gulu ya-
fuga byona. Kyeyalaba era kyeyawulira kyate- 32
geza; so tewali muntu akiriza kutegezakwe.
Akiri'za okutegezakwe, ngatadeko akaboneroke 33
nti Katonda wa mazima. Kubanga Katonda 34
gweyatuma ayogera bigambo bya Katonda:
kubanga, bwagaba Omwoyo, tamugera. Kitafe 35
amwagala Omwana, era yamuwa byona mu mu-
konogwe. Akiriza Omwana alina obulamu obu- 36
tagwawo; naye atakiriza Mwana, taliraba bula-
mu, naye obusungu bwa Katonda bubera kuye.

4.

Awo Mukama wafe bweyategera nga Abafali- 1
sayo bawulide nti Isa aigiriza era nti abatiza
bangi okukira Yokana, [naye Isa ye nyini teya- 2
batiza, wabula abaigirizwabe], nava mu Buyuda- 3
ya, nagenda Egaliraya nate. Era kyamugwanira 4
okuita mu Samaliya.

Awo natuka mu kyalo Ekyesamaliya, kyebaita 5
Sukala, ekiriranye olusuku Yakobo lweyamuwa
omwanawe Yusufu: era mwalimu olu'zi lwa Ya- 6
kobo. Awo Isa yali akoye olugendo, namala
gatulirawo ku lu'zi, obude nga sawa mukaga.
Omukazi Omusamaliya naja okusena ama'zi: 7
Isa namugamba nti Mpa nywe. Kubanga abai- 8
girizwabe bali bagenze mu kyalo okugula emere.

9 Awo omukazi Omusamaliya namugamba nti
Gwe Omuyudaya, kiki ekikusabya kunywa eri
nze omukazi Omusamaliya? [Kubanga Abayu-
10 daya tebatabagana na Basamaliya.] Isa na-
damu namugamba nti Singa obade omanyi eki-
rabo kya Katonda noyo akugamba nti Mpa
nywe bwali, gwe wandimusabye, naye yandiku-
11 wade ama'zi amalamu. Omukazi namugamba
nti Sebo, tolina kye kusenya, nolu'zi luwanvu:
12 kale ogya wa ama'zi ago amalamu? Gwoli mu-
kulu okukira jajafe Yakobo, eyatuwa olu'zi luno,
13 eyanywangamu ye nabanabe nensoloze. Isa na-
damu namugamba nti Buli muntu yena anywa
14 ama'zi gano enyonta erimuluma nate: naye
anywa ama'zi ago nze gendimuwa enyonta teri-
mulumira dala emirembe gyona; naye ama'zi
gendimuwa galifuka mundaye ensulo yama'zi
nga gakulukuta okutuka ku bulamu obutagwa-
15 wo. Omukazi namugamba nti Sebo, mpa ama-
'zi ago, enyonta ereme okunumanga, newakuba-
16 de okuja wano ewala okusenanga. Isa namuga-
17 mba nti Genda oite balo, okomewo wano. Omu-
kazi nadamu namugamba nti Sirina baze. Isa
namugamba nti Oyogede bulungi nti Sirina
18 baze; kubanga walina babalo batano, naye gwo-
lina kakano si balo: ekyo kyoyogede mazima.
19 Omukazi namugamba nti Sebo ndaba nti oli nabi.
20 Bajajafe basinzizanga ku lusozi luno; namwe
mugamba nti Eyerusalemi kye kifo ekigwana
21 okusinzizamu. Isa namugamba nti Omukyala,
nzikiriza, ekisera kija kyebatalimusinzizanga
Kitafe ku lusozi luno newakubade mu Yerusa-
22 lemi. Mwe musinza kyemutamanyi; fe tusinza
kyetumanyi; kubanga obulokozi buva mu Ba-
23 yudaya. Naye ekisera kija, era kituse, abasinza

amazima lwebalisinza Kitafe mu mwoyo namazima: kubanga Kitafe anonya abali ngabo okubera abokumusinzanga. Katonda gwe Mwoyo: 24
nabo abamusinza kibagwanira okusinza mu mwoyo namazima. Omukazi namugamba nti Manyi 25
nga Masiya aja gwebaita Eyafukibwako amafuta: ye bwalija alitubulira ebigambo byona. Isa 26
namugamba nti Nze nzuno ayogera nawe.

Amangwago abaigirizwabe nebaja; nebewu- 27
nya kubanga abade ayogera nomukazi: naye tewali muntu eyagamba nti Ononya ki? oba
nti Kiki ekikwogeza naye? Awo omukazi na- 28
leka ensuwaye, nagenda mu kyalo, nabulira abantu nti Muje mulabe omuntu ang'ambye 29
byenakolanga byona: oyo Masiya? Nebava mu 30
kyalo, nebaja gyali. Naye abaigirizwa bali nga 31
bamwegairira nga bagamba nti Labi, lya. Naye 32
nabagamba nti Nina ekyokulya kyendya kyemutamanyi. Awo abaigirizwa nebogera boka na 33
boka nti Waliwo omuntu amuletede ekyokulya?
Isa nabagamba nti Ekyokulya kyange kwe kukola 34
eyantuma byayagala nokutukiriza omulimugwe.
Mwe temwogera nti Esigadeyo emyezi ena 35
okukungula kulyoke kutuke? Laba, mbagamba nti Muimuse amaso mulabe enimiro nga
zimaze okutukula okukungulibwa. Akungula 36
awebwa empera, akung'anya ebibala olwobulamu obutagwawo; asiga nakungula basanyukire
wamu. Kubanga ekigambo kino bwekiri bwe- 37
kityo ekyamazima nti Asiga mulala, nakungula
mulala. Nze nabatuma okukungula kyemuta- 38
kolera mirimu: abalala bakola emirimu, namwe muingide emirimu gyabwe.

Abomukyalo omwo Abasamaliya bangi kubo 39
abamukiriza olwekigambo kyomukazi, eyate-

mbaye yona. Kano ke kabonero akokubiri nate 54
Isa keyakola bweyava Ebuyudava okuja Egaliraya.

5.

Oluvanyuma lwebyo newaba embaga Yaba- 1
yudaya ; Isa nayambuka ku Yerusalemi.

Naye mu Yerusalemi awali (omulyango) gwe- 2
ndiga waliwo ekidiba, kyebaita mu Lweberaniya Beseseda, ekiriko ebigango bitano. Mwebyo 3
mwagalamirangamu ekibina kyabalwade, abazibe bamaso, abalema, abakozimbye. Newaba- 5
wo omuntu eyali nendwade (nga yakamala) emyaka amakumi asatu mu munana. Isa bwe- 6
yamulaba oyo ngagalamide, nategera nga yakamala enaku nyingi, namugamba nti Oyagala okuba omulamu? Omulwade namudamu nti Sebo, 7
sirina muntu ansula mu kidiba ama'zi wegeserera: nze wenjijira, omulala ngansose okukamu. Isa 8
namugamba nti Golokoka, wetike ekitandakyo, otambule. Amangwago omuntu naba mulamu 9
neyetika ekitandakye, natambula.

Naye olunaku olwo lwali lwa sabiti. Awo 10
Abayudaya nebamugamba oyo awonyezebwa nti Lero sabiti, muzizo gwe okwetika ekitandakyo. Naye nabadamu nti Oli amponyeza ye 11
yangambye nti Wetike ekitandakyo otambule. Nebamubuza nti Omuntu oyo yani eyakuga- 12
mbye nti Wetike otambule? Naye eyawonye 13
nga tamanyi bwali; kubanga Isa yali yegendede, abantu abali mu kifo kiri nga bangi. Oluvanyuma lwebyo Isa namulaba mu yekalu, na- 14
mugamba nti Laba, oli mulamu: toyononanga nate, ekigambo ekisinga obubi kireme okukubako. Omuntu oyo nagenda nababulira Abayu- 15

mbaye yona. Kano ke kabonero akokubiri nate 54
Isa keyakola bweyava Ebuyudava okuja Egaliraya.

5.

Oluvanyuma lwebyo newaba embaga Yaba- 1
yudaya ; Isa nayambuka ku Yerusalemi.
Naye mu Yerusalemi awali (omulyango) gwe- 2
ndiga waliwo ekidiba, kyebaita mu Lweberaniya
Beseseda, ekiriko ebigango bitano. Mwebyo 3
mwagalamirangamu ekibina kyabalwade, aba-
zibe bamaso, abalema, abakozimbye. Newaba- 5
wo omuntu eyali nendwade (nga yakamala)
emyaka amakumi asatu mu munana. Isa bwe- 6
yamulaba oyo ngagalamide, nategera nga yaka-
mala enaku nyingi, namugamba nti Oyagala
okuba omulamu? Omulwade namudamu nti Sebo, 7
sirina muntu ansula mu kidiba ama'zi wegeserera:
nze wenjijira, omulala ngansose okukamu. Isa 8
namugamba nti Golokoka, wetike ekitandakyo,
otambule. Amangwago omuntu naba mulamu 9
neyetika ekitandakye, natambula.
Naye olunaku olwo lwali lwa sabiti. Awo 10
Abayudaya nebamugamba oyo awonyezebwa
nti Lero sabiti, muzizo gwe okwetika ekitanda-
kyo. Naye nabadamu nti Oli amponyeza ye 11
yangambye nti Wetike ekitandakyo otambule.
Nebamubuza nti Omuntu oyo yani eyakuga- 12
mbye nti Wetike otambule? Naye eyawonye 13
nga tamanyi bwali; kubanga Isa yali yegende-
de, abantu abali mu kifo kiri nga bangi. Olu- 14
vanyuma lwebyo Isa namulaba mu yekalu, na-
mugamba nti Laba, oli mulamu: toyononanga
nate, ekigambo ekisinga obubi kireme okukuba-
ko. Omuntu oyo nagenda nababulira Abayu- 15

16 daya nti Isa ye yamponya. Awo Abayudaya
kyebava bamuiganya Isa kubanga yakolera ebyo
17 ku sabiti. Naye Isa nabadamu nti Kitange akola
18 okutusa kakano, nange nkola. Awo Abayudaya
kyebava beyongera okusala amagezi okumuta ku-
banga tasobeza sabiti yoka, era naye yaita Kato-
nda kitawe ye, nga yenkanyankanya ne Katonda.
19 Awo Isa nadamu nabagamba nti Dala dala
mbagamba nti Omwana tainza yeka kukola
kintu, bwatalabira ku Kitawe ngakola · kuba-
nga ye byakola byona, Nomwana byakola bwa-
20 tyo. Kubanga Kitange amwagala Omwana,
amulaga byona byakola ye nyini ; era alimulaga
emirimu eminene egisinga egyo mwe mwewu-
21 nye. Kubanga Kitange bwazukiza abafu na-
bawa obulamu, bwatyo Nomwana abawa obula-
22 mu bona bayagala okuwa. Kubanga Kitange
nokusala tasalira muntu musango, naye yamuwa
23 Omwana (okusala) omusango gwona ; bona
basemu Omwana ekitibwa, nga bwebasamu Ki-
tange ekitibwa. Atasamu Mwana kitibwa, nga
24 tasamu kitibwa Kitawe eyamutuma. Dala dala
mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, naki-
riza oyo eyantuma, alina obulamu obutagwawo,
so talija mu musango, naye ngavude mu kufa oku-
25 tuka mu bulamu. Dala dala mbagamba nti Ekisera
kija era wekiri kakano abafu lwebaliwulira edobozi
Lyomwana wa Katonda, nabo abaliwulira baliba
26 balamu. Kuba nga Kitange bwalina obulamu
muye, bwatyo bweyamuwa Omwana okuba no-
27 bulamu muye; era yamuwa obuinza okusala
28 omusango, kubanga ye Mwana womuntu. Te-
mwewunya ekyo: kubanga ekisera kija bona
29 abali mu ntana lwebaliwulira edobozirye, neba-
vamu ; abo abakola ebirungi balizukirira obu-

lamu ; nabo abakola ebitasana balizukirira omusango.

Nze siinza kukola kintu kubwange : nga bwe- 30
mpulira, bwensala : nomusango gwensala gwa nsonga ; kubanga sinonya byenjagala nze, wabula eyantuma byayagala. Bwenetegeza ebya- 31
nge nze, okutegeza kwange si kwa mazima. Waliwo omulala ategeza ebyange ; nange 32
manyi nti ebyange byategeza bya mazima. Mwe mwamutumira Yokana naye nategeza 33
amazima. Naye okutegeza kwomuntu sikuki- 34
riza nze : naye njogera ebyo mwe mulokoke. Oyo yali tabaza eyaka, emasamasa, namwe 35
mwayagala ekisera kitono okusanyukira omusanagwe. Naye okutegeza kwenina kwe kukulu 36
okusinga okwa Yokana : kubanga emirimu Kitange gyeyampa okutukiriza, emirimu gye nyini gyenkola, gye gitegeza ebyange nga Kitange ye yantuma. Era Kitange eyantuma oyo ye yate- 37
geza ebyange. Temwawulira dobozirye na katono, newakubade okulaba ekifananyikye. So 38
temulina kigambokye nga kibera mumwe : kubanga oyo gweyatuma temumukiriza. Munonya 39
mu byawandikibwa, kubanga mwe mulowoza nti mubyo mulina obulamu obutagwawo ; nebyo bye bitegeza ebyange ; era temwagala kuja gye- 40
ndi okubera nobulamu. Siwebwa bantu kitibwa. 41
Naye mbategede mwe ngokwagala kwa Ka- 42
tonda tekubalimu. Nze naja mu linya lya Ki- 43
tange, naye temunsembeza ; omulala bwalija mu linyalye kububwe mulimusembeza. Mwe mu- 44
inza mutya okukiriza bwemwagala okuwebwa ekitibwa mweka na mweka nemutanonya kitibwa ekiva eri Katonda ali omu yeka ? Temu- 45
lowoza nti nze ndibalopa eri Kitange : gyali

46 abalopa, ye Musa gwemusubira. Kuba singa
mukiri'za Musa, nange mwandinzikiriza; kuba-
47 nga yampandikira nze. Naye bwemutakiriza
oyo byeyawandika, mulikiriza mutya ebigambo
byange?

6.

1 Oluvanyuma lwebyo Isa nagenda emitala we-
2 nyanja Eyegaliraya Eyetiberiya. Ekibina ekine-
ne nekimugoberera kubanga balaba obubonero
3 bweyakola ku balwade. Isa nalinya ku lu-
4 sozi natula eyo nabaigirizwabe. Nokuitako,
embaga Yabayudaya, kwali kunatera okutuka.
5 Awo Isa naimusa amaso, nalaba ekibina ekinene
nga kija gyali, namugamba Firipo nti Tunagula
6 wa emere, bano gyebanalya? Yayogera atyo
kumukema, ngamanyi yeka kyagenda oku-
7 kola. Firipo namudamu nti Emere (egulibwa)
dinali ebikumi ebibiri tebabune, buli muntu
8 okulyako akatono. Omu ku baigirizwabe, ye
Andereya muganda wa Simoni Petero, namu-
9 gamba nti Waliwo omulenzi wano alina emigati
etano egya sairi nebyenyanja bibiri; naye bino
10 binabagasa ki abenkanide awo obungi? Isa
nagamba nti Mubatuze abantu. Era waliwo esubi
lingi mu kifo ekyo. Awo abasaja nebatula,
11 omuwendo ngenkumi tano. Awo Isa natola emi-
gati; neyebaza; nagabira bali abatude; nebye-
12 nyanja bwatyo nga bwebayagala. Bwebakuta
nagamba abaigirizwabe nti Mukunganye obuku-
nkumuka obusigadewo, waleme okubula ekintu.
13 Awo nebabukung'anya nebajuza ebibo kumi na
bibiri nobukunkumuka obwemigati etano egya
14 sairi, bali abalya bwebalemwa. Awo abantu

bwebalaba akabonero keyakola, nebagamba nti
Mazima ono ye nabi oyo aja munsi.

Awo Isa bweyategera nga bagenda okuja oku- 15
mukwata, bamufule kabaka, nadayo nate ku
lusozi yeka. Naye obude bwebwawungera, 16
abaigirizwabe nebaserengeta ku nyanja; neba- 17
sabala mu lyato, bali bawunguka enyanja
(okugenda) Ekaperenaumu. Nobude bwali
buzibye songa ne Isa tanaba kutuka gyebali.
Enyanja nesikuka, omuyaga mungi nga gukunta. 18
Awo bwebamala okuvuga esitadyo ngama- 19
kumi abiri mu tano, oba makumi asatu, ne-
balaba Isa ngatambula ku nyanja, ngasembe-
rera eryato; nebatya. Naye nabagamba nti Nze 20
nzuno, temutya. Awo nabakiriza okumuingiza 21
mu lyato; amangwago eryato nerigoba ku tale
gyebali bagenda.

Olunaku olwokubiri, ekibina ekyali kiimiride 22
emitala wenyanja bwebalaba nga teriyo lyato
dala, wabula erimu, era nga ne Isa tasabade
wamu mu lyato nabaigirizwabe, naye aba-
igirizwabe nga bagenda boka, [naye amato 23
amalala gava Etiberiya nga gagoba kumpi negye-
balira emigati Mukama wafe bweyamala okwe-
baza]: awo ekibina bwebalaba nga Isa taliyo, 24
newakubade abaigirizwabe, bo be nyini nebasa-
bala mu mato gali nebaja Ekaperenaumu, nga
banonya Isa.

Bwebamulaba emitala wenyanja nebamugamba 25
nti Labi, oze di wano? Isa nabadamu nagamba 26
nti Dala dala mbagamba nti Munonya si kubanga
mwalaba obubonero naye kubanga mwalya ku
migati nemukuta. Temukolerera kya kulya 27
ekigwawo, naye ekyokulya ekirwawo okutuka
ku bulamu obutagwawo, Omwana womuntu

kyalibawa: kubanga Kitafe ye Katonda amusi-
28 zako oyo akabonero. Awo nebamugamba nti
29 Tugire tutya okukola emirimu gya Katonda? Isa
nadamu nabagamba nti Guno gwe mulimu gwa
30 Katonda, okukiriza oyo gweyatuma. Awo ne-
bamugamba nti Kale kabonero ki gwe kokola, tu-
31 labe, tukukirize? okola mulimu ki? Bajaja bafe
balya emanu mu lukola; nga bwekyawandikibwa
32 nti Yabawa emere okulya eyava mu gulu. Awo
Isa nabagamba nti Dala dala mbagamba nti Musa
siye yabawa emere eyava mu gulu; naye Kita-
nge yabawa emere eyamazima eva mu gulu.
33 Kubanga emere ya Katonda yeyo eva mu gulu
34 eretera Ensi obulamu. Awo nebamugamba nti
35 Mukama wafe, tuwenga bulijo emere eyo. Isa
nabagamba nti Nze mere eyobulamu: aja gyendi
enjala terimuluma, anzikiriza enyonta terimu-
36 luma na katono. Naye nabagamba nti munda-
37 bye, era temukiri'za. Buli Kitange gwampa, alija
gyendi: aja gyendi sirimugobera bweru na ka-
38 tono. Kubanga sava mu gulu kukola kyenja-
39 gala nze, wabula oli eyantuma kyayagala. Eya-
ntuma kyayagala kino mu bona beyampa
aleme okumbula nomu naye muzukize ku lunaku
40 olwenkomerero. Kubanga Kitange kyayagala
kye kino buli muntu yena alaba Omwana
namukiriza abe nobulamu obutagwawo; nange
ndimuzukiza ku lunaku olwenkomerero.
41 Awo Abayudaya nebamwemulugunyira kuba-
42 nga yagamba nti Nze mere eyava mu gulu. Ne-
bagamba nti Ono siye Isa omwana wa Yusufu,
gwetumanyiko kitawe ne nyina? kakano aga-
43 mba atya nti Nava mu gulu? Isa nadamu na-
bagamba nti Temwemulugunya mweka na mwe-
44 ka. Tewali ainza kuja gyendi Kitange eyantu-

ma bwatamuwalula; nange ndimuzukiza ku lu-
naku olwenkomerero. Kyawandikibwa mu ba- 45
nabi nti Ne bona baliigirizibwa Katonda. Buli
eyawulira eri Kitange naiga, aja gyendi. Si ku- 46
banga waliwo omuntu eyali alabye ku Kitange,
wabula eyava eri Katonda, oyo ye yalaba Kita-
nge. Dala dala mbagamba nti Akiriza alina 47
obulamu obutagwawo. Nze mere eyobulamu. 48
Bajaja bamwe balya emanu mu lukola, nebafa. 49
Eno ye mere eva mu gulu, omuntu agiryeko, ale- 50
me okufa. Nze mere enamu eyava mu gulu: 51
omuntu bwalya ku mere eno aliba mulamu emi-
rembe nemirembe: era emere gyendigaba gwe
mubiri gwange, olwobulamu Bwensi.

Awo Abayudaya nebawakana boka na boka, 52
nga bagamba nti Ono ainza atya okutuwa omu-
birigwe okugulya; awo Isa nabagamba nti 53
Dala dala mbagamba nti Bwemutalya mubiri
gwa Mwana wa muntu nemunywa omusaigwe,
temulina bulamu mumwe. Agaya omubiri gwa- 54
nge, era anywa omusai gwange alina obulamu obu-
tagwawo; nange ndimuzukiza ku lunaku olwe-
nkomerero. Kubanga omubiri gwange kye kyo- 55
kulya dala, nomusai gwange kye kyokunywa da-
la. Agaya omubiri gwange, era anywa omusai 56
gwange, abera munze, nange muye. Nga Kita- 57
nge omulamu bweyantuma, nange bwendi omu-
lamu kubwa Kitange; bwatyo angaya yaliba
omulamu kubwange. Eno ye mere eyava mu 58
gulu: si nga bajaja bwebalya nebafa: agaya
emere eno aliba mulamu emirembe nemirembe.
Ebyo yabyogerera mu kung'aniro ngaigiriza mu 59
Kaperenaumu.

Awo bangi abomubaigirizwabe bwebawulira 60
nebagamba nti Ekigambo ekyo kizibu; ani ainza

61 okukiwulira? Naye Isa bweyamanya mundaye nti
abaigirizwabe bemulugunyira kino, nabagamba
62 nti Kino kibasita'za? kale kiriba kitya bwemuli-
ba Omwana womuntu ngalinya gyeyali oluberye-
63 berye? Omwoyo gwe guleta obulamu; omubi-
ri teguliko kyegugasa: ebigambo byembagambye
64 gwe mwoyo, bwe bulamu. Naye waliwo aba-
lala mumwe abatakiriza. Kubanga Isa yama-
nya okuva ku luberyeberye abatakiriza bwebali,
65 era nagenda okumulyamu olukwe bwali. Naga-
mba nti Kyenvude mbagamba nti Tewali ainza
kuja gyendi bwatakiwebwa Kitange.
66 Abokubaigirizwabe bangi kyebava begendera,
nebadayo enyuma, nebatatambula nate wamu
67 naye. Awo Isa nabagamba ekumi nababiri nti
68 Era namwe mwagala okwegendera? Simoni Pe-
tero namudamu nti Mukama wafe, tunegendera
eri ani? Olina ebigambo ebyobulamu obutagwa-
69 wo. Nafe tukiri'za netutegera nga gwoli mutu-
70 kuvu wa Katonda. Isa nabadamu nti Si nze
nabalonda mwe ekumi nababiri, era omu kumwe
71 ye setani? Yayogera ku Yuda (omwana) wa
Simoni Isikalyota, kubanga ye yali agenda oku-
mulyamu olukwe, yomu ku kumi nababiri.

7.

1 Oluvanyuma lwebyo Isa natambula mu Galira-
ya: kubanga teyayagala kutambula mu Buyuda-
ya kubanga Abayudaya bali basala amagezi oku-
2 mu'ta. Naye embaga Yabayudaya yali enatera
3 okutuka, ye yensisira. Awo bagandabe nebamu-
gamba nti Va wano, ogende Ebuyudaya, abaigi-
4 rizwabo nabo balabe emirimugyo gyokola. Kuba-
nga tewali akolera kigambo mu kyama naye ye

nyini ngayagala okulabika olwatu. Bwokola
ebyo, weyoleke eri Ensi. Kubanga ne bagandabe 5
tebamukiriza. Awo Isa nabagamba nti Ekisera 6
kyange tekinaba kutuka; naye ekisera kyamwe
enaku zona kiri awo kyetesetese. Ensi teinza 7
kukyawa mwe; naye ekyawa nze, kubanga nze
ntegeza ebyayo nti emirimu gyayo mibi. Mwe 8
mwambuke ku mbaga: nze sinaba kwambuka
ku mbaga eno; kubanga ekisera kyange tekinaba
kutukirizibwa. Bweyamala okubagamba ebyo 9
nasigala Egaliraya.

Naye bagandabe bwebamala okwambuka ku 10
mbaga, naye nayambuka, si *lwatu, naye nga
mu kyama. Awo Abayudaya nebamunonya 11
mu mbaga, nebagamba nti Oli alirudawa? Ne- 12
waba okwemulugunya kungi mu bibina. Aba-
lala nebagamba kuye nti Mulungi; abalala ne-
bagamba nti Neda, naye abakyamya ekibina.
Naye tewali eyamwogerako olwatu kubanga 13
batya Abayudaya.

Awo mu mbaga wakati Isa nayambuka ku 14
yekalu, naigiriza. Abayudaya nebewunya ne- 15
bagamba nti Ono amanya atya okusoma nga
tanaiga? Awo Isa nabadamu nagamba nti 16
Okuigiriza kwange si kwange, naye kwoli eya-
ntuma. Omuntu bwayagala okukola oli byaya- 17
gala, alitegera okuigiriza kuno obanga kwava
eri Katonda, obanga nze njogera bya magezi
gange. Ayogera ebyamagezige, anonya ekiti- 18
bwakye ye: naye anonya ekitibwa kyoyo eyamu-
tuma, oyo wa mazima, so obutali butukirivu te-
buli muye. Musa teyabawa mateka, so mumwe 19
tewali akwata amateka? Musalira ki amagezi
okunzita? Ekibina nebadamu nti Olina omu- 20
zimu: ani asala amagezi okukuta? Isa nada- 21

mu nagamba nti Nakola omulimu gumu, namwe
22 mwena mwewunya. Musa kyeyava abawa oku-
komola [si kubanga kwa Musa naye kwa bajaja];
23 ne ku sabiti mukomola omuntu. Omuntu bwa-
komolebwa ku sabiti, amateka ga Musa galeme
okusoba; munsunguwalira kubanga nafula omu-
24 ntu omulamu dala ku sabiti? Temusalanga mu-
sango gwa maso, naye musalenga omusango
ogwensonga.
25 Awo abamu abomu Yerusalemi nebagamba
26 nti Gwebanonya okuta siye wuno? Naye, laba,
ayogera lwatu, so tebaliko kyebamugamba.
27 Abakulu bamanyi dala ngono ye Masiya? Naye
ono tumanyi gyava: naye Masiya bwaja, tewali
28 ategera gyava. Awo Isa nayogerera wagulu
mu yekalu ngaigiriza nagamba nti Nze mu'ma-
nyi, era negyenva mumanyiyo; nange saja
kubwange nzeka, naye oli eyantuma ye wa
29 mazima, gwemutamanyi mwe. Nze mumanyi;
30 kubanga nava gyali naye ye yantuma. Awo
bali nebasala amagezi okumukwata, naye tewali
eyamutekako omukono, kubanga ekiserakye
31 kyali nga tekinaba kutuka. Naye bangi abomu-
kibina nebamukiriza; nebagamba nti Masiya
bwalija, alikola obubonero bungi okusinga ono
32 bweyakola? Abaialisayo nebawulira ekibina
nga bamwemulugunyira bwebatyo; bakabona
abakulu Nabafalisayo nebatuma abambowa oku-
33 mukwata. Awo Isa nagamba nti Esigadeyo
ebanga tono nga nkyali namwe, ning'enda gyali
34 eyantuma. Mulinonya, so temulindaba; era
35 gyendi, mwe temuinza kujayo. Awo Abayu-
daya nebogeragana boka na boka nti Ono aya-
gala okugenda wa, fe gyetutalimulabira? Aya-
gala okugenda eri abo abasasana mu Bayonani,

abaigirize Abayonani? Kigambo ki ekyo kyaga- 36
mba nti Mulinonya, so temulindaba; era gyendi,
mwe temuinza kujayo?

Naye ku lunaku olwenkomerero, lwe lukulu 37
olwembaga, Isa yaimirira nayogerera wagulu,
nagamba nti Omuntu bwalumwa enyonta, aje
gyendi anywe. Akiriza nze, ngekyawandikibwa 38
bwekigamba, emiga gyama'zi amalamu girifulu-
ma mu lubutolwe. Ekyo yakigamba ku Mwo- 39
yo, gwebali bagenda okuwebwa abamukiriza;
kubanga Omwoyo yali tanaba (kugabibwa);
kubanga Isa yali tanaba kugulumizibwa. Awo 40
abomukibina bwebawulira ebigambo ebyo neba-
gamba nti Mazima, ono ye nabi oli. Abalala 41
nebagamba nti Ono ye Masiya. Naye abalala
nebagamba nti Neda, Masiya ava mu Galiraya?
Ekyawandikibwa tekigamba nti Masiya ava mu 42
zade lya Daudi, mu Besirekemu, ekyalo Daudi
mweyali? Bwekityo newabawo okwawukana mu 43
kibina kululwe. Abalala nebagala okumukwata, 44
naye tewali eyamusako emikono.

Awo abambowa nebadayo eri bakabona aba- 45
kulu Nabafalisayo; nabo nebabagamba nti Eki-
balobede ki okumuleta? Abambowa nebada- 46
mu nti Tewali muntu eyali ayogede bwatyo.
Awo Abafalisayo nebabadamu nti Era namwe 47
abakyamiza? Aliwa mu bakulu eyamukiriza, 48
obanga mu Bafalisayo? Naye ekibina kino 49
abatatategera mateka bakolimidwa. Nikodemo 50
[ye yaja gyali eda, ye munabwe] nabagamba
nti Ye mpisa yafe okusalira omuntu omusango 51
nga tebanawulira bigambobye nokutegera
kyakoze? Nebadamu nebamugamba nti Na- 52
we wava Egaliraya? Nonya, olabe nga nabi
tava mu Galiraya.

8.

1 Buli muntu nadayo eka: naye Isa nagenda
2 ku lusozi olwa Zeituni. Nakera mu makya
naja nate mu yekalu, abantu bona nebaja gyali;
3 natula, nabaigiriza. Abawandisi Nabafalisayo
nebaleta omukazi gwebakute ngayenda; neba-
4 musa wakati, nebamugamba nti Omuigiriza,
omukazi ono bamukute ngayenda bamusisinka-
5 niri'za. Naye mu mateka Musa yatulagira oku-
bakuba amainja (abakola) bwebatyo: kale gwe
6 oyogera otya kuye? Bayogera bati nga bamuke-
ma, babe nekigambo kyebanamulopa. Naye Isa
7 nakutama, nawandika nengalo ku taka. Naye
bwebayongera okumubuza, neyegolola naba-
gamba nti Munamwe atayononangako, asoke
8 okumukuba ejinja. Nakutama nate, nawandi-
9 ka nengalo ku taka. Nabo bwebawulira neba-
fuluma ebweru musolesole, abakade be basoka,
okutusa ku benkomerero: Isa nasigalawo yeka,
10 nomukazi weyali wakati. Isa neyegolola, namu-
11 gamba nti Omukyala, baze wa? tewali asaze
okukusinga? Naye nagamba nti Mpawo muntu,
Mukama wange. Isa nagamba nti Nange sisala
kukusinga: genda; okusoka lero toyononanga
lwa kubiri.
12 Awo Isa nayogera nabo nate, nagamba nti
Nze musana gwensi: angoberera talitambulira
mu kizikiza, naye aliba nomusana ogwobulamu.
13 Awo Abafalisayo nebamugamba nti Gwe wete-
14 geza weka; okutegezakwo si kwa mazima. Isa
nadamu nabagamba nti Newakubade nga
netegeza nzeka, okutegeza kwange kwa mazima;
kubanga manyi gyenava, negyengenda; naye

mwe temumanyi gyenva, newakubade gyeng'enda. Mwe musala omusango ngomubiri bweguli; nze sisalira muntu musango. Naye newakubade nga nze nsala omusango, okusala kwange kwa mazima; kubanga nze siri omu, naye nze ne Kitange eyantuma. Era naye ne mu mateka gamwe kyawandikibwa nti okutegeza kwabantu ababiri kwa mazima. Nze netegeza nzeka, ne Kitange eyantuma ategeza ebyange. Awo nebamugamba nti Kitawo aliruda wa? Isa nadamu nti Nze temumanyi, newakubade Kitange. Singa mumanyi nze, ne Kitange mwandimumanye. Ebigambo ebyo ya byogerera mu gwanika, bweyali ngaigiriza mu yekalu: so tewali eyamukwata, kubanga ekiserakye kyali nga tekinaba kutuka.

Awo nabagamba nate nti Nze ng'enda, namwe mulinonya, mulifira mu kibi kyamwe: nze gyeng'enda, mwe temuinza kujayo. Awo Abayudaya nebagamba nti Aneta, kubanga agamba nti Nze gyeng'enda mwe temuinza kujayo? Nabagamba nti Mwe muli ba wansi; nze ndi wa wagulu; mwe muli ba munsi muno; nze siri wa munsi muno. Kyenava mbagamba nti Mulifira mu bibi byamwe. Kubanga bwemutakiriza nga nze wuyo, mulifira mu bibi byamwe. Awo nebamugamba nti Gwani? Isa nabagamba nti Nga bwenabagambanga okuva ku luberyeberye. Nina bingi ebyokubogerako nokubasalira omusango; naye oli eyantuma ye wa mazima; nange byenawulira gyali bye bibyo byenjogera eri Ensi. Tebategera ngabagambye ku Kitafe. Awo Isa nagamba nti Bwemulimala okumuwanika Omwana womuntu nemulyoka mutegera nga nze wuyo, so nze siriko kyenkola kubwange, naye nga Ki-

29 tange bweyanjigiriza, bwenjogera bwentyo. No-
li eyantuma ali nange ; Kitange teyandeka nze-
30 ka ; kubanga nkola bulijo byasima. Bweyayo-
gera ebigambo ebyo, abantu bangi nebamukiriza.
31 Awo Isa nabagamba Abayudaya bali abamuki-
riza nti Bwemunyuwerera mu kigambo kyange,
32 nga muli baigirizwa bange dala ; era mulitegera
33 amazima, namazima galibafula ba dembe. Ne-
bamudamu nti Fe tuli zade lya Ibulaimu, so tetu-
fugibwanga muntu yena : oyogera otya gwe nti
34 Mulifuka ba dembe ? Isa nabadamu nti Dala
dala mbagamba nti Buli muntu yena akola ebibi,
35 ye mudu wekibi. Omudu taberera mu nyumba
mirembe na mirembe : omwana aberera emirembe
36 nemirembe. Kale Omwana bwalibafula abede-
37 mbe, muliba ba dembe dala. Manyi nti muli
zade lya Ibulaimu : naye musala amagezi okunzi-
ta, kubanga ekigambo kyange tekyeyabya mu-
38 mwe. Nze njogera byenalaba eri Kitange : kale
namwe mukola byemwawulira eri kitamwe.
39 Nebadamu nebamugamba nti Ibulaimu ye ki-
tafe. Isa nabagamba nti Singa mubade bana ba
Ibulaimu, mwandikoze ebikolwa bya Ibulaimu.
40 Naye kakano musala amagezi okunzita omuntu
ababulide ebyamazima, byenawulira eri Kato-
41 nda : Ibulaimu teyakola bwatyo. Mwe mukola
emirimu gya kitamwe. Nebamugamba nti Fe
tetuli bana bebolereze ; tulina Kitafe omu, ye Ka-
42 tonda. Isa nabagamba nti Singa Katonda ye
Kitamwe, mwandinjagade nze : kubanga nava
eri Katonda, nenjija, so saja kulwange nzeka,
43 naye oyo ye yantuma. Kiki ekibalobede okute-
gera byenjogede ? Kubanga temuinza kuwulira
44 kigambo kyange. Mwe ba kitamwe Setani, era
mwagala okukola okwegomba kwa kitamwe.

Oyo okuva ku luberyeberye ye musi, so teyanyuwerera mu mazima, kubanga amazima tegali muye. Bwayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitawe wobulimba. Naye kubanga njogera amazima, temunzikiriza. 45
Ani kumwe anumiriza ekibi? Bwenjogera amazima kiki ekibalobede okunzikiriza? Owa Katonda awulira ebigambo bya Katonda: mwe kyemuva mulema okuwulira, kubanga temuli ba Katonda. 46 47
Abayudaya nebadamu nebamugamba nti Tetwogera bulungi fe nti Gwoli Musamaliya, era oliko omuzimu? Isa nadamu nti Siriko muzimu; naye nze musamu ekitibwa Kitange, namwe temunzisamu kitibwa. Naye nze sinonya kitibwa kyange: wali anonya era asala omusango. 48 49 50 51
Dala dala mbagamba nti Omuntu bwakwata ekigambo kyange, taliraba kufa emirembe nemirembe.
Abayudaya nebamugamba nti Kakano tutegede ngoliko omuzimu. Ibulaimu yafa ne banabi; nawe ogamba nti Omuntu bwakwata ekigambo kyange, talirega ku kufa emirembe nemirembe. 52
Gwe mukulu okukira jajafe Ibulaimu eyafa? ne banabi bafa: weita ani? 53
Isa nadamu nti Bwenegulumiza nzeka, okugulumira kwange kuba kwa busa: angulumiza ye Kitange: mwe gwemwogera nti ye Katonda wamwe: so temumutegeranga: naye nze mumanyi; bwenagamba nti Simumanyi, nafanana nga mwe, mulimba: naye mumanyi, era nkwata ekigambokye. 54 55
Ibulaimu jajamwe yasanyuka okulaba olunaku lwange; nalulaba nasanyuka. 56
Awo Abayudaya nebamugamba nti Tonaba kumala myaka makumi atano, ne Ibulaimu wamulaba? 57
Isa nabagamba nti Dala dala mbagamba nti Ibulaimu nga tanaba kuzalibwa, nze nga wendi. 58
Awo nebadira amainja oku- 59

mukuba: naye Isa neyekweka, nafuluma mu yekalu.

9.

1 Bweyali ngaita, nalaba omuntu eyazalibwa
2 nga muzibu wamaso. Abaigirizwabe nebamubuza, nga bagamba nti Labi, ani eyayonona, ono oba abamuzala, kye kyamuzaza nga muzibu wamaso?
3 Isa nadamu nti Ono teyayonona, newakubade bali abamuzala, naye emirimu gya Katonda gira-
4 bikire kuye. Fe kitugwanira okukola emirimu gyoyo eyantuma, obude nga misana. Ekiro kija
5 omuntu mwatainziza kukoleramu. Bwemba mu-
6 nsi, ndi musana gwa nsi. Bweyamala okwogera bwatyo, nawanda amalusu ku taka, natabula etaka namalusu, namusiga ku maso etaka, namuga-
7 mba nti Genda, onabe mu kidiba kya Siroamu [okutegezebwa kwakyo nti Eyatumibwa]. Awo
8 nagenda, nanaba, nakomawo ngalaba. Awo abaliranwabe nabamulabanga eda ngatude ngasabiriza, nebagamba nti Siye wuno eyatulanga
9 ngasabiriza? Abalala nebagamba nti Ye wuyo: abalala nebagamba nti Neda, naye afanana
10 naye. Ye nagamba nti Nze nzuno. Awo nebamugamba nti Kale amasogo gazibuka gatya?
11 Ye nadamu nti Omuntu aitibwa Isa yatabula etaka, nansiga ku maso, nang'amba nti Genda ku Siroamu, onabe: awo neng'enda, nenaba, nenzi-
12 bula. Nebamugamba nti Alirudawa oyo? Nagamba nti Simanyi.
13 Nebamutwala eri Abafalisayo oli eyali eda
14 omuzibu wamaso. Naye lwali lwa sabiti olunaku olwo Isa lweyatabulirako etaka, namuzibula
15 amaso. Awo Abafalisayo ate nebamubuza bweyazibula. Nabagamba nti Yansiga taka ku

maso, nenaba, nenzibula. Awo Abafalisayo aba- 16
mu nebagamba nti Omuntu oyo si wa Katonda,
kubanga takwata sabiti. Naye abalala ne-
bagamba nti Omuntu alina ebibi ainza atya
okukola obubonero obwenkanide wano? Newa-
bawo okwawukana mubo. Awo nebamugamba 17
nate omuzibu wamaso nti Gwe omuita otya,
kubanga yakuzibula amaso? Naye nagamba
nti Ye nabi. Awo Abayudaya tebakiriza 18
bigambobye. nga yali muzibu wamaso nazibula,
okutusa Iwebamala okuita abamuzala oli eya-
zibula nebababuza nga bagamba nti Ono ye 19
mwana wamwe mwe gwemwogera nti yaza-
libwa nga muzibu wamaso? kale kakano alaba
atya? Abamuzala nebadamu nebagamba nti 20
Tumanyi ngono ye mwana wafe, era nga yazali-
bwa nga muzibu wamaso: naye bwalaba kakano 21
tetumanyi: so neyamuzibula amaso fe tetumanyi
bwali: mumubuze; musaja mukulu oyo; aneyo-
gerera yeka. Abamuzala ekyabogeza bwebatyo 22
kubanga bali batya Abayudaya; kubanga Aba-
yudaya bali nga bamaze okulagana buli muntu
amwatulanga okuba Masiya, agobebwenga mu
kung'aniro. Abamuzala kyebava bogera nti 23
Musaja mukulu oyo; mumubuze ye. Awo ne- 24
bamuita omulundi ogwokubiri oli omuntu eyali
omuzibu wamaso, nebamugamba nti Gulumiza
Katonda: fe tumanyi ngomuntu oyo alina
ebibi. Ye nadamu nti Obanga alina ebibi 25
simanyi; ekigambo kimu kyemanyi nti Nali
muzibu wamaso, naye kakano ndaba. Awo 26
nebamugamba nti Yakukola atya? yakuzibula
atya amasogo? Nabadamu nti Maze okubabu- 27
lira naye temuwulide: ekibagaza okuwulira
omulundi ogwokubiri kiki? (era) namwe

28 mwagala okufuka abaigirizwabe? Nebamuvuma,
nebagamba nti Gwoli muigirizwawe oyo: naye
29 fe tuli baigirizwa ba Musa. Fe tumanyi nga
Katonda yayogera ne Musa: naye omuntu oyo te-
30 tumumanyi gyava. Omuntu nadamu nabaga-
mba nti Kino kitalo, oba mwe temumanyi gya-
31 va, era yanzibula amaso. Tumanyi nga Katonda
tawulira abalina ebibi; naye buli muntu atya
Katonda, ngakola kyayagala, oyo amuwulira.
32 Okuva eda neda tewawulirwanga nga waliwo
omuntu eyazibula amaso gomuntu eyazalibwa
33 nga muzibu wamaso. Omuntu oyo singa teyava
wa Katonda, teyandiinziza kukola kigambo.
34 Nebadamu nebamugamba nti Gwe wazalibwa
mu bibi byerere, nawe otuigiriza fe? Nebamu-
sindikira ebweru.

35 Isa nawulira nga bamusindikide ebweru; na-
mulaba nagamba nti Gwe okiriza Omwana wa
36 Katonda? Ye nadamu, nagamba nti Mukama
37 wange, yani mukirize? Isa namugamba nti
38 Omulabye, era ayogera nawe ye wuyo. Ye na-
gamba nti Mukama wange, nzikiriza. Namu-
39 sinza. Isa nagamba nti Omusango gwe gwa-
ndeta munsi muno, abatalaba balabe, nabo aba-
40 laba babe bazibu bamaso. Abafalisayo abalala
abali naye nebawulira bwebatyo, nebamugamba
41 nti Nafe tuli bazibu bamaso? Isa nabagamba nti
Singa mubade bazibu bamaso, temwandibade na
kibi; naye kakano mugamba nti Tulaba: ekibi
kyamwe kiberera awo.

10.

1 Dala dala mbagamba nti Ataita mu mulya-
ngo (ngaingira) mu kisibo kyendiga, naye bwali-

nyira awalala, oyo ye mu'bi era omunyazi. Naye 2
aita mu mulyango, ye musumba wendiga. Oyo 3
omugazi amugulirawo; nendiga zimuwulira edobozi: aziita endigaze amanya; azifulumya ebweru. Bwamala okufulumya ezize zona, azikulembera, nendiga zimugoberera: kubanga zimumanyi edobozi. Omulala tezirimugoberera, 5
naye zirimuduka budusi: kubanga tezimanyi dobozi lya balala. Isa nabagamba olugero luno, 6
naye bo tebategera bigambo bwebiri byeyabagamba.

Awo Isa nabagamba nate nti Dala dala mba- 7
gamba nti Nze mulyango gwendiga. Bona aba- 8
nsoka bali ba'bi era abahyazi: naye endiga tezabawulira. Nze mulyango: omuntu bwaingira 9
munze alirokoka, aliingira, alifuluma, aliraba edundiro. Omu'bi taja wabula okuba, noku'ta, 10
nokuzikiriza. Nze naja zibe nobulamu, era zibe nabwo obungi. Nze musumba omulungi: 11
omusumba omulungi awayo obulamubwe olwendiga. Alundirira empera, atali musumba, endi- 12
ga nga si zize ye, bwalaba omusege nga guja, aleka endiga naduka, nomusege guzisikula guzisasanya. (Aduka) kubanga wa mpera, so endiga 13
tazisako mwoyo. Nze musumba omulungi: era 14
ntegera ezange, nezange zintegera nga Kitange 15
bwantegera, nange bwemutegera Kitange; nange mpayo obulamu bwange olwendiga. Era nina 16
nendiga endala ezitali za mu kisibo kino: nazo kingwanira okuzireta, ziriwulira edobozi lyange; era ziriba ekisibo kimu, omusumba omu. Kita- 17
nge kyava anjagala, kubanga nze mpayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate. Tewa- 18
li abunziyako, naye nze nzeka mbuwayo. Nina obuinza obwokubuwayo, era nina obuinza obwo-

kubugyayo nate. Ekiragiro ekyo naliwebwa Kitange.

19 Newabawo nate okwawukana mu Bayudaya
20 olwebigambo ebyo. Abamu kubo bangi nebaga-
mba nti Aliko omuzimu era alaluse; mumuwu-
21 lirira ki? Abalala nebagamba nti Ebigambo bino
si bya muntu aliko omuzimu. Omuzimu guinza
okuzibula amaso gabazibu bamaso?
22 Yali mbaga eyoku'za obugya mu Yerusalemi:
23 byali biro bya mpewo; Isa natambulira mu ye-
24 kalu mu kisasi kya Sulemani. Awo Abayudaya
nebamwetolola, nebamugamba nti Olitusa wa
okutubusisabusisa? Obanga gwe Masiya, tubuli-
25 rire dala. Isa nabadamu nti Nabagamba, naye
temukiriza: emirimu gyenkola mu linya lya
26 Kitange, gye gintegeza nze. Naye mwe
temukiriza kubanga temuli ba mu ndiga
27 zange. Endiga zange ziwulira edobozi lyange,
28 nange nzitegera, era zingoberera; nange nzi-
wa obulamu obutagwawo; so teziribula emire-
mbe nemirembe, so tewali alizisikula mu mukono
29 gwange. Kitange eyazimpa ye mukulu okusi-
nga bona, so tewali ainza okuzisikula mu muko-
30 no gwa Kitange. Nze ne Kitange tuli omu.
31 Abayudaya nebadira nate amainja okumukuba.
32 Isa nabadamu nti Emirimu mingi emirungi egya-
va eri Kitange nagibalaga mwe; mulimu guliwa
33 mwegyo ogubankubya amainja? Abayudaya ne-
bamudamu nti Olwomulimu omulungi tetukuku-
ba mainja, naye olwokuvola; era kubanga gwo-
34 li muntu newefula Katonda. Isa nabadamu nti
Tekyawandikibwa mu mateka gamwe nti Nze
35 nagamba nti Muli bakatonda? Obanga yabaita
abo bakatonda, abajirwa ekigambo kya Katonda,
36 [so nebyawandikibwa tebiinza kudiba], mwe

mumugambira ki ye, Kitawe gweyatukuza, namutuma munsi, nti Ovode; kubanga ngambye nti Ndi Mwana wa Katonda? Bwesikola mirimu 37
gya Kitange, temunzikiriza. Naye bwengikola, 38
newakubade nga temunzikiriza nze, naye mukirize emirimu: mumanye mutegere nga Kitange ali munze nange mu Kitange. Nebasala amagezi 39
nate okumukwata: nava mu mikono gyabwe.

Nagenda nate emitala wa Yolidani mu kifo 40
Yokana gyeyali oluberyeberye ngabatiza; nabera eyo Abantu bangi nebaja gyali; nebagamba 41
nti Yokana teyakola kabonero: naye byona Yokana byeyayogera ku ono byali bya mazima.
Nebamukiririza eyo bangi. 42

11.

Awo waliwo omuntu eyali omulwade, Lazalo 1
Owebesaniya, mu kyalo Malyamu ne Maliza mugandawe mwebali; Malyamu oyo eyasiga Mu- 2
kama wafe amafuta namutanya ebigere nenvirize ye yalina mwanyina Lazâlo eyali alwade.
Awo banyina abo nebamutumira, nga bagamba 3
nti Mukama wafe, laba, gwoyagala alwade.
Naye Isa bweyawulira, nagamba nti Obulwa- 4
de buno si bwa kufa wabula olwekitibwa kya Katonda, Omwana wa Katonda abe nekitibwa olwobwo. Naye Isa yayagala Maliza ne muganda- 5
we ne Lazalo. Awo bweyawulira ngalwade, na- 6
yosawo ate enaku biri mu kifo kyeyalimu. Ate 7
nalyoka agamba abaigirizwa nti Tudeyo Ebuyudaya ate. Abaigirizwa nebamugamba nti Labi, 8
kakano Abayudaya bāli basala amagezi okukukuba amainja, ate gyoba oda? Isa nadamu nti 9
Esawa ezemisana si kumi na biri? Omuntu bwatambula emisana teyesitala, kubanga alaba

10 omusana ogwensi eno. Naye omuntu bwata-
mbula ekiro, yesitala, kubanga omusana teguli
11 muye. Yayogera bwati, nalyoka abagamba nti
Mukwano gwafe Lazalo yebase; naye ng'enda
12 okumuzukusa. Awo abaigirizwa nebamugamba
13 nti Mukama wafe, oba yebase, analokoka. Naye
Isa yayogera ku kufakwe: naye bo nebalowo-
14 za nti ayogera kwebaka kwa tulo. Awo Isa
15 nalyoka ababulira lwatu nti Lazalo afude. Na-
nge nesimye kulwamwe kubanga saliyo, mulyoke
16 mukirize; naye tugende gyali. Awo Tomasi
aitibwa Didumo nagamba baigirizwa bane nti
Nafe tugende tufire wamu naye.
17 Awo Isa bweyatuka, nasanga nga yakamala
18 enaku nya mu ntana. Naye Besaniya kyali kumpi
19 ne Yerusalemi nga sitadyo kumi na tano; Abayu-
daya bangi bali baze eri Maliza ne Malyamu
20 okubakubagiza kulwa mwanyinabwe. Awo Ma-
liza bweyawulira nga Isa aja, nagenda okumusisi-
21 nkana: naye Malyamu nasigala munju. Awo
Maliza namugamba Isa nti Mukama wange,
22 singa wali wano, mwanyinaze teyandifude. Era
kakano manyi nga byona byonosaba Katonda,
23 Katonda anakuwa. Isa namugamba nti Mwa-
24 nyoko agenda okuzukira. Maliza namugamba
nti Manyi nti alizukirira ku kuzukira kwolunaku
25 olwenkomerero. Isa namugamba nti Nze kuzu-
kira, nobulamu: akiriza nze, newakubade ngafude,
26 aliba mulamu: na buli muntu mulamu akiriza
nze talifa emirembe nemirembe. Okiriza ekyo?
27 Namugamba nti Wewawo, Mukama wange: nze
nzikiriza nga gwe Masiya, Omwana wa Katonda,
28 aja munsi. Bweyamala okwogera bwati, nage-
nda, naita mugandawe Malyamu kyama, ngaga-
29 mba nti Omuigiriza aze, akuita. Naye bweya-

wulira, nagolokoka mangu, naja gyali. Isa yali 30
tanatuka mu kyalo, naye ngakyali mu kifo Ma-
liza kyeyamusangamu. Awo Abayudaya abali 31
naye mu nyumba, nga bamukubagiza, bwebalaba
Malyamu ngaimiride mangu okufuluma, neba-
mugoberera, nga balowoza nti agenda ku ntana
okukabira eyo. Awo Malyamu, bweyatuka Isa 32
gyali namulaba, nagwa ku bigerebye, namuga-
mba nti Mukama wange, singa wali wano, mwa-
nyinaze teyandifude. Awo Isa bweyamulaba nga- 33
kaba, Nabayudaya abaze naye nga bakaba,
nasinda mu mwoyo, neyeralikirira, nagamba nti 34
Mwamuteka wa? Nebamugamba nti Mukama
wafe, jangu olabe. Isa nakaba amaziga. Awo 35
Abayudaya nebogera nti Laba bwabade amwa- 36
gala. Naye abamu kubo nebogera nti Omuntu 37
ono, eyazibula amaso gomuzibu wamaso, teyainza
kulobera noyo obutafa? Awo Isa bweyasinda 38
ate mundaye, natuka ku ntana. Yali mpuku,
ngetekedwako ejinja kungulu. Isa nagamba nti 39
Mugyewo ejinja. Maliza, mwanyina woli eyafa,
namugamba nti Mukama wange, kakano awunya:
kubanga yakamala enaku nya. Isa namugamba 40
nti Sikugambye nti Bwonokiriza, onolaba ekiti-
bwa kya Katonda? Awo nebagyawo ejinja. 41
Isa naimusa amaso wagulu, nayogera nti Kitange,
nkwebaza kubanga wampulira. Nange namanya 42
ngompulira bulijo: naye njogede kulwekibina
ekinetolode, bakirize nga gwe wantuma. Bwe- 43
yamala okwogera bwati, nayogerera wagulu ne-
dobozi dene nti Lazalo, fuluma oje. Eyali afude 44
nafuluma, ngazingidwa mu mabugo amagulu
nemikono; nekiwero nga kisibidwa mu masoge.
Isa nabagamba nti Mumusumulule, mumuleke
agende.

45 Awo bangi abomu Bayudaya, abaja ewa Ma-
46 lyamu, bwebalaba kyakoze, nebamukiriza. Naye
abamu kubo nebagenda eri Abafalisayo, nebaba-
bulira Isa byakoze.
47 Awo bakabona abakulu Nabafalisayo nebaku-
nganya olukiko, nebagamba nti Tukola tutya? ku-
48 banga omuntu oyo akola obubonero bungi. Bwe-
tunamuleka bwetutyo, bona banamukiriza: Na-
balumi balija, balitunyagako ensi yafe negwanga
49 lyafe. Naye omu kubo, Kayafa, eyali kabona
omukulu mu mwaka ogwo, nabagamba nti Mwe
50 temuliko kyemumanyi, so temulowoza nga kiba-
gwanide omuntu omu afirire abantu, negwanga
51 lyona lireme okubula. Ekyo teyakyogera mu
magezige yeka; naye kubanga yali kabona omu-
kulu mu mwaka ogwo, yalagula nti Isa agenda
52 okufirira egwanga eryo; so si lwa gwanga eryo
lyoka, naye abakung'anyize wamu abana ba Ka-
53 tonda abasasana. Awo okuva ku lunaku olwo
nebatesa okumuta.
54 Awo Isa natatambula nate mu Buyudaya mu
lwatu, naye navayo nagenda mu kifo ekiri
okumpi nolukola, mu kyalo ekiitibwa Eferaimu;
55 nabera eyo nabaigirizwa. Naye Okuitako Okwa-
bayudaya kwali kunatera okutuka: bangi abava
mu byalo nebalinya Eyerusalemi Okuitako nga
56 kukyali, berongose. Awo Isa nebamunonya, ne-
bogera boka na boka, nga baimiride mu yekalu,
57 nti Mulowoza mutya? Taje ku mbaga? Naye
bakabona abakulu Nabafalisayo bali balagide nti
Omuntu bwategera wali, abulire balyoke bamu-
kwate.

12.

Awo bwezali nga zisigadeyo enaku omukaga 1
okutuka ku Kuitako, Isa naja Ebesaniya, eyali
Lazalo, Isa gweyazukiza mu bafu. Awo neba- 2
mufumbirayo emere eyekyegulo: ne Maliza na-
wereza; naye Lazalo naba omu kubo abali batude
naye ku mere. Awo Malyamu nadira lateri eya- 3
mafuta agomugavu, agomuwendo omungi enyo,
nagasiga ku bigere bya Isa, natanya ebigerebye
nenvirize: enyumba nejula akalosa akamafuta.
Naye Yuda Isikalyota, omu ku baigirizwabe, 4
agenda okumulyamu olukwe, nagamba nti Kiki 5
ekirobede okutunda amafuta gano okugagyamu
edinali ebikumi bisatu, okugabira abavu? Na- 6
yogera atyo, si lwa kubajukira abavu; naye ku-
banga yali mu'bi, ye yayambaliranga ensawo,
natwala byebatekangamu. Awo Isa nagamba 7
nti Mumuleke agaterekere olunaku lwokuzikibwa
kwange. Kubanga abavu bemuli nabo enaku 8
zona; naye nze temuli nange enaku zona.

Awo abakopi abomu Bayudaya nebategera nti 9
gyali: nebaja si kulwa Isa yeka, era naye bamu-
labe ne Lazalo, gweyazukiza mu bafu. Naye 10
bakabona abakulu nebasala amagezi bamute ne
Lazalo; kubanga kululwe bangi ku Bayudaya 11
abagenda, nebakiriza Isa.

Olunaku olwokubiri ekibina kinene abali baze 12
ku mbaga, bwebawulira nga Isa aja Eyerusalemi,
nebatwala ensansa ezenkindu nebagenda okumu- 13
sisinkana, nebogerera wagulu nti Osana: awere-
dwa omukisa aja mu linya lya Mukama, ye Ka-
baka wa Isiraeri. Naye Isa bweyalaba enyana 14
yendogoi, nagyebereka; nga bwekyawandikibwa

15 nti Totya, muwala wa Sayuni: laba, Kabakawo
16 aja, nga yeberese omwana wendogoi. Ebyo abaigirizwabe tebabitegera oluberyeberye: naye Isa bweyamala okugulumizibwa, nebalyoka bajukira ngebyo byamuwandikirwa ye, era nga ba-
17 mukola bwebatyo. Awo ekibina ekyali naye bweyaita Lazalo okuva mu ntana namuzukiza
18 mu bafu, nekitegeza. Era ekibina kyekyava kigenda okumusisinkana, kubanga bawulira nti
19 yakola akabonero ako. Awo Abafalisayo nebogeragana nti Mulabe bwemutagasa kigambo: laba, ensi zona zimusenze.

20 Naye waliwo Abayonani abalala mwabo
21 abaja ku mbaga okusinza: awo bali nebaja eri Firipo, eyava Besisaida ekyomu Galiraya, nebamubuza, nga bamugamba nti Sebo, twagala
22 okulaba Isa. Firipo naja namubulira Andereya; Andereya naja, ne Firipo, nebabulira Isa.
23 Isa nabadamu, nagamba nti Obude butuse,
24 Omwana womuntu agulumizibwe. Dala dala mbagamba nti Empeke yeng'ano bwetegwa mu taka nefa, eberera awo yoka; naye bwefa,
25 ebala emere nyingi. Ayagala obulamubwe bumubula; naye akyawa obulamubwe munsi eno alibukuma okutuka ku bulamu obutagwawo.
26 Omuntu bwampereza, angoberere; nange gyendi, eyo omuwereza wange naye gyaliba: omuntu bwampereza, Kitange alimusamu ekitibwa.
27 Kakano omwoyo gwange gweralikiride; era njogere ntya? Kitange, ndokola okunziya mu kisera kino. Naye kyenava ntuka mu kisera
28 kino. Kitange, gulumiza erinyalyo. Awo edobozi neriva mu gulu, nti Naligulumiza, era ndi-
29 rigulumiza nate. Awo ekibina ekyali kiimiridewo, bwekyaliwulira, nekigamba nti Kubade

kubwatuka: abalala nebagamba nti Malaika
ayogede naye. Isa nadamu nagamba nti Edo- 30
bozi lino terize kubwange, naye kubwamwe.
Kakano ensi eno esalirwa omusango; kakano 31
omukulu wensi eno anagoberwa ebweru. Na- 32
nge bwendiwanikibwa kunsi, ndiwalulira gye-
ndi bona. Naye yayogera atyo, ngalaga oku- 33
fa bwekuli kwagenda okufa. Awo ekibina ne- 34
kimudamu nti Fe twawulira mu mateka nti
Masiya aberera awo emirembe nemirembe: nawe
kiki ekikugambya nti Omwana womuntu kimu-
gwanira okuwanikibwa? oyo Omwana womuntu
yani? Awo Isa nabagamba nti Esigadeyo ebiro 35
bitono ngomusana gukyali gyemuli. Mutambule
nga mukyalina omusana, ekizikiza kireme okuba-
kwatira (mu kubo): atambulira mu kizikiza ta-
manya gyagenda. Bwemukyalina omusana, 36
mugukirize omusana, mufuke abana bomusana.

Isa bweyamala okwogera ebyo, nagenda, na-
bekweka. Naye newakubade ngakola obubone- 37
ro bungi obwenkanide awo mu maso gabwe, te-
bamukiriza: ekigambo kya nabi Isaya kitukiri- 38
re, kyeyayogera nti

Mukama, ani eyakiriza ebigambo byafe?
Era omukono gwa Mukama gubikulidwa ani?

Kyebava balema okuinza okukiriza, kubanga 39
Isaya yayogera nate nti

Yabaziba amaso, nabakakanyaza omutima; 40
Baleme okulaba namaso nokutegera nomutima,
Bakyuke,
Ndyoke mbawonye.

Ebyo byeyayogera Isaya, kubanga yalaba ekiti- 41
bwakye; nayogera kuye. Naye mu bakulu bangi 42
abamukiriza, naye Olwabafalisayo tebayatula,
baleme okugobebwa mu kung'aniro: kubanga 43

bayagala ekitibwa kyabantu okukira ekitibwa kya Katonda.

44 Isa nayogerera wagulu nagamba nti Anzi-
45 kiriza, takiriza nze, wabula oli eyantuma. Era
46 alaba nze ngalabye oli eyantuma. Nze nzize kuba musana munsi, buli muntu anzikiriza ale-
47 me okutula mu kizikiza. Naye awulira ebigambo byange, natabikwata, nze simusalira musango: kubanga saja kugisalira nsi musango, wa-
48 bula okugirokola ensi. Ang'ana nze, natakiriza bigambo byange, alina amusalira omusango: ekigambo kyenayogera kye kirimusalira omusa-
49 ngo ku lunaku olwenkomerero. Kubanga sayogera nze kubwange; naye Kitange eyantuma, ye yandagira bweng'amba, era bwenjogera.
50 Nange manyi ngekiragirokye bwe bulamu obutagwawo: kale nze byenjogera, nga Kitange bweyang'amba, bwentyo bwenjogera.

13.

1 Naye embaga Eyokuitako yali nga tenatuka, Isa bweyamanya ngekiserakye kituse okuva munsi muno okugenda eri Kitawe, bweyayagala ababe abali munsi, yabagala okutusa enkome-
2 rero. Bwebali balya emere eyekyegulo Setani nga yamaze da okuwerera Yuda Isikalyota (omwana) wa Simoni mu mutimagwe okumu-
3 lyamu olukwe, (Isa) bweyamanya nga Kitawe amuwadde byona mu mukonogwe, era nga yava
4 wa Katonda, ate ngada wa Katonda, nava ku mere, nayambula engoyeze; nadira ekiremba,
5 neyesiba ekimyu. Nalyoka afuka ama'zi mu kibya, natanula okubanaza ebigere abaigirizwa,
6 nokubisimuza ekiremba kyeyali yesibye. Awo

naja eri Simoni Petero. (Naye) namugamba
nti Mukama wange, gwo'naza ebigere? Isa na- 7
damu namugamba nti Kyenkola nze tokimanyi
gwe kakano, naye olitegera luvanyuma. Petero 8
namugamba nti Tonazenga ebigere byange emi-
rembe gyona. Isa namudamu nti Bwesiku-
naze tosa kimu nange. Simoni Petero namuga- 9
mba nti Mukama wange, si bigere byange byo-
ka, naye nemikono nomutwe. Isa namugamba 10
nti Anazibwa omubiri taliko kyeyetaga wabula
okunaba ebigere byoka, naye yena nga mulo-
ngofu: namwe muli balongofu naye si mwena.
Kubanga yamumanya anamulyamu olukwe; 11
kyeyava ayogera nti Mwena temuli balongofu.

Awo bweyamala okubanaza ebigere, naya- 12
mbala engoyeze, natula nate, nabagamba nti
Mutegede kyembakoze? Mwe mumpita Mui- 13
giriza era Mukama (wamwe): era mwogera bu-
lungi; kubanga bwendi. Kale obanga nze Mu- 14
kama (wamwe) era Omuigiriza mbanaziza ebige-
re, era namwe kibagwanira okunazagananga ebi-
gere. Kubanga mbawade ekyokulabirako, era 15
nga bwembakoze nze, namwe mukolenga bwe-
mutyo. Dala dala mbagamba nti Omudu ta- 16
singa bukulu mukamawe; so omutume tasinga
bukulu oli eyamutuma. Bwemubimanya ebyo, 17
mulina omukisa bwemubikola. Sogede kumwe 18
mwena: nze manyi benalondamu: naye ekya-
wandikibwa kitukirire nti Alya ku mere yange
yanyimusiza ekisinzirokye. Okusoka lero mba- 19
bulira nga tekinaba kubawo, era nebwekiriba,
mulyoke mukirize nga nze nzuyo. Dala dala 20
mbagamba nti Asembeza buli gwentuma, ngase-
mbezeza nze: era asembeza nze, ngasembezeza
oli eyantuma.

21 Isa bweyamala okwogera bwatyo, neyeralikirira mu mwoyo, nategeza, nayogera nti Dala dala mbagamba nti omu kumwe anandyamu
22 olukwe. Abaigirizwa nebatunulaganako, nga
23 babusabusa gwayogedeko bwali. Waliwo omu ku baigirizwabe eyali agalamide mu kifuba kya
24 Isa ku mere, Isa gweyayagala. Awo Simoni Petero namuwenya oyo, namugamba nti Tubu-
25 lire gwayogedeko bwali. Ye bweyagalamira mu kifuba kya Isa, nga bweyali, namugamba nti
26 Mukama wange, yani? Awo Isa nadamu nti Gwenakoleza ekitole nenkimuwa ye wuyo. Awo bweyakikoza ekitole, nakitwala, nakimuwa
27 Yuda (omwana) wa Simoni Isikalyota. Bweyamala okuwebwa ekitole, Setani nalyoka amuingiramu. Awo Isa namugamba nti Kyokola,
28 kola mangu. Naye ekigambo ekyo tewali muntu kubo abali batude ku mere eyakitegera eki-
29 mugambiza. Kubanga abalala baterera nti kubanga Yuda ye yali akwata ensawo, Isa kyeyava amugamba nti Gula byetwetaga ebyokumba-
30 ga; oba abawe abavu ekintu. Awo bweyamala okuwebwa ekitole, amangwago nafuluma ebweru; bwali nga buzibye.
31 Awo bweyamala okufuluma, Isa nagamba nti Kakano Omwana womuntu agulumizibwa, ne
32 Katonda agulumizibwa muye; era Katonda alimugulumiza muye ye nyini, era amangwago
33 anamugulumiza. Abana abato, ekisera kitono nga nkyali namwe. Muli'nonya: era nga bwenabagamba Abayudaya nti Gyeng'enda nze mwe temuinza kuja, era namwe bwembagamba
34 kakano. Eteka erigya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwenabagala mwe, era namwe mwagala-
35 nenga. Bona kwebalitegerera nga muli baigiri-

zwa bange, bwemunabanga nokwagalana mweka na mweka.

Simoni Petero namugamba nti Mukama 36
wange, ogenda wa? Isa nadamu nti Gye-
ng'enda, toinza kungoberera kakano; naye
olingoberera da. Petero namugamba nti Mu- 37
kama wange, kiki ekindobera okukugoberera
kakano? Nawayo obulamu bwange kululwo.
Isa nadamu nti Onowayo obulamubwo kulwange? 38
Dala dala nkugamba nti Enkoko tekokolime
okutusa wononeganira emirundi esatu.

14.

Omutima gwamwe tegweralikiriranga: muki- 1
riza Katonda, era nange munzikirize. Mu nyu- 2
mba ya Kitange mulimu ebifo bingi ebyokube-
ramu. Singa tekiri bwekityo, nandibagambye;
kubanga ng'enda okubatekeratekera ekifo. Era 3
obanga ng'enda okubatekeratekera ekifo, ndiko-
mawo nate nembatwala gyendi; nze gyendi, na-
mwe mubere eyo. Era gyeng'enda, ekubo muli- 4
manyi. Tomasi namugamba nti Mukama wafe, 5
tetumanyi gyogenda; ekubo tulimanyi tutya?
Isa namugamba nti Nze kubo, namazima, nobula- 6
mu: tewali aja eri Kitange, wabula ngaita mu-
nze. Singa muntegede, ne Kitange mwandimu- 7
manye: okusoka kakano mumutegera era mu-
mulabye. Firipo namugamba nti Mukama wafe, 8
tulage Kitafe, kale kinatumala. Isa namugamba 9
nti Kasokede mbera namwe, ebiro ebingi bwebi-
tyo, era tontegeranga, Firipo? Alabye kunze,
ngalabye ku Kitange? kiki ekikwogeza gwe nti
Tulage Kitafe? Tokiriza nga nze ndi mu Kita- 10
nge, ne Kitange ali munze? Ebigambo bye-

mbagamba nze, sibyogera kubwange nzeka ; naye Kitange bwabera munze akola emirimugye.
11 Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange munze : oba munzikirize olwemirimu gyoka.
12 Dala dala mbagamba nti Anzikiriza nze emirimu gyenkola nze, naye aligikola ; era alikola egisinga egyo obunene ; kubanga nze ng'enda eri Kitange.
13 Na buli kyemunasabanga mu linya lyange, ekyo ndikikola, Kitange agulumirizibwe mu Mwana.
14 Bwemunansabanga ekigambo mu linya lyange,
15 ekyo ndikikola. Obanga munjagala, munakwata-
16 nga ebiragiro byange. Nange ndisaba Kitange, naye alibawa Omubezi omulala, abere namwe
17 emirembe nemirembe, Omwoyo owamazima : ensi gweteinza kukiriza ; kubanga temulaba, so temutegera : mwe mumutegera ; kubanga abera
18 gyemuli, era aliba mumwe. Siribaleka bamule-
19 kwa : nkomawo gyemuli. Esigade ekisera kitono, Ensi obutandaba nate ; naye mwe mundaba : kubanga nze ndi mulamu, namwe muliba bala-
20 mu. Ku lunaku olwo mulitegera mwe nga nze ndi mu Kitange, namwe munze, nange mumwe.
21 Alina ebiragiro byange, nabikwata, oyo nga yanjagala : anjagala alyagalibwa Kitange, nange
22 ndimwagala, ndimulabikira. Yuda [atali Isikalyota] namugamba nti Mukama wafe, kibade kitya gwe okugenda okutulabikira fe, so si eri Ensi ?
23 Isa nadamu namugamba nti Omuntu bwanjagala, alikwata ekigambo kyange : ne Kitange alimwa-
24 gala, era tulija gyali, tulitula gyali. Atanjagala takwata bigambo byange : nekigambo kyemuwulira si kyange, naye kya Kitange eyantuma.
25 Ebigambo ebyo mbabulide nga nkyali namwe.
26 Naye Omubezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gwalituma mu linya lyange, oyo alibaigiriza byo-

na, alibajukiza byona byenabagamba. Emire- 27
mbe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si
ngensi bwewa, nze bwembawa. Omutima gwa-
mwe tegweralikiriranga so tegutyanga. Mu- 28
wulide bwembagambye nti Ng'enda, era nkoma-
wo gyemuli. Singa munjagala, mwandisanyuse
kubanga ng'enda eri Kitange: kubanga Kita-
nge ansinga obukulu. Kakano mbagambye nga 29
tekinaba kubawo, lwekiribawo mulyoke mukirize.
Sikyayogera nyo nate namwe; kubanga afuga 30
Ensi aja: naye tandiko kigambo; naye Ensi 31
etegere nga njagala Kitange, era Kitange bweya-
ndagira, bwentyo bwenkola. Mugolokoke, tuve
wano.

15.

Nze muzabibu ogwamazima, ne Kitange ye 1
mulimi. Buli tabi eriri munze eritabala bibala, 2
aligyawo: na buli eribala ebibala alirongosa, lye-
yongere okubala. Mwe kakano mumaze okuba 3
abalongofu olwekigambo kyembagambye. Mu- 4
bere munze, nange mumwe. Ngetabi bweritai-
nza kubala bibala lyoka, bweritabera mu muzabi-
bu, bwekityo namwe temuinza, bwemutabera
munze. Nze muzabibu, mwe matabi: abera mu- 5
nze, nange muye, oyo abala ebibala bingi: kuba-
nga awatali nze temuliko kyemuinza kukola.
Omuntu bwatabera munze, asulibwa ebweru nge- 6
tabi, akala; bagakung'anya, bagasula mu muliro,
negagya. Bwemubera munze, nebigambo bya- 7
nge bwebibera mumwe, musabenga kyemwagala
kyona, mulikikolerwa. Mu kino Kitange agulu- 8
mizibwa, mubale ebibala bingi; era muliba aba-
igirizwa bange. Nga Kitange bweyanjagala, na- 9
nge mbagade mwe: mubere mu kwagala kwange.

10 Bwemukwata ebiragiro byange, mulibera mu
kwagala kwange; nga nze bwenakwata ebiragiro
11 bya Kitange, nembera mu kwagalakwe. Ebyo
mbibagambye, esanyu lyange libere mumwe,
12 era esanyu lyamwe litukirire. Kino kye
kiragiro kyange, mwagalanenga, nga bwena-
13 bagala mwe. Tewali alina kwagala kunene oku-
singa kuno omuntu okuwayo obulamubwe lwa
14 mikwanogye. Mwe muli mikwano gyange, bwe-
15 mukola byembalagira. Sikyabaita badu; kuba-
nga omudu tamanyi mukamawe byakola; naye
mbaise ba mukwano; kubanga byona byenawu-
16 lira eri Kitange mbibabulide mwe. Si mwe mwa-
nonda nze, naye nze nabalonda mwe, nembateka-
wo, mugende mubale ebibala, nebibala byamwe
biberewo kyona kyemunasabanga Kitange mu
17 linya lyange, akibawe. Mbalagide bino, mwaga-
18 lanenga. Ensi bwebakyawanga, mutegera nga
19 yasoka kukyawa nze nga tenaba kukyawa mwe.
Singa mubade ba nsi, ensi yandibagade ekyayo;
naye kubanga temuli ba nsi, naye nze nabalonda
20 munsi, ensi kyeva ebakyawa. Mujukire ekigambo
kyenabagamba nti Omudu tasinga mukamawe.
Obanga bānjiganya nze, namwe balibaiganya;
obanga bākwata ekigambo kyange, nekyamwe
21 balikikwata. Naye ebyo byona balibibakola
olwerinya lyange, kubanga tebamumanyi eyantu-
22 ma. Singa saja nenjogera nabo, tebandibade na
kibi; naye kakano tebalina kya kuwoza olweki-
23 bi kyabwe. Ankyawa nze akyawa ne Kitange.
24 Singa sakolera mubo mirimu egitakolebwanga
mulala, tebandibade na kibi; naye kakano bala-
25 bye nebakyawa nze ne Kitange. Naye ekiga-
mbo kitukirire ekyawandikibwa mu mateka ga-
26 bwe nti Bankyaira bwerere. Naye Omubezi

bwalija, gwendibatumira ava eri Kitange, Omwoyo owamazima, ava eri Kitange, oyo alitegeza ebyange: era namwe mutegeza ebyange kubanga 27
okuva ku luberyeberye mwali nange

16.

Ebyo mbibabulide muleme okusitazibwa. 1
Balibagoba mu makung'aniro; wewawo, ekisera 2
kija, buli anaba'tanga alirowoza ngawereza
Katonda. Nebyo balibikola, kubanga Kitange 3
tebamutegera newakubade nze. Naye ebyo mbi- 4
babulide, era ekisera kyabyo wekitukanga mujukire nga nze nababulira. Nebyo okuva ku luberyeberye sabibabulira, kubanga nali wamu namwe. Naye kakano ng'enda eri oli eyantuma; 5
era tewali kumwe ambuza nti Ogenda wa? Naye 6
kubanga mbabulide ebyo, emitima gyamwe
gijude enaku. Naye nze mbagamba amazima; 7
kibasanira mwe nze okugenda; kubanga nze
bwesirigenda, Omubezi talibajira; naye bwendigenda ndimutuma gyemuli. Ye bwalija, alirumiriza ensi olwekibi, nolwobutukirivu, nolwomusango; olwekibi, kubanga tebanzikiriza nze; 9
olwobutukirivu, kubanga ng'enda eri Kitange, so 10
namwe temukyandaba nate; olwomusango, ku- 11
banga omukulu Wensi eno asalidwa omusango.
Nkyalina bingi okubabulira, naye temuinza ku- 12
bigumikiriza kakano. Naye bwalija oyo Omwo- 13
yo owamazima, alibalung'amya mu mazima
gona: kubanga talyogera kululubwe yeka; naye
byona byaliwulira byalyogera: ye alibabulira
ebigenda okuja. Oyo alingulumiza nze: kuba- 14
nga alitola ku byange nababulira mwe. Byona. 15
byona Kitange byali nabyo bye byange: kye-

nvude ng'amba nti Alitola ku byange nababu-
16 lira mwe. Esigade ekisera kitono, nemutanda-
ba nate; era nate walibawo ekisera kitono, ne-
17 mundaba. Abaigirizwabe abamu kyebava bogera
boka na boka nti Kiki kino kyatugamba nti
Esigade ekisera kitono, nemutandaba; nate
walibawo ekisera kitono, nemundaba; era nti
18 Kubanga ng'enda eri Kitange? Kyebava baga-
mba nti Kiki kino kyagamba nti Ekisera kitono?
19 Tetumanyi kyagamba. Isa nategera nga bagala
okumubuza, nabagamba nti Mwebuzaganya
mweka olwekyo kyembagambye nti Esigade
ekisera kitono, nemutandaba, era nate wali-
20 bawo ekisera kitono nemundaba? Dala dala
mbagamba nti mwe mulikaba mulikuba ebiwobe,
naye ensi erisanyuka: mwe mulinakuwala, naye
21 enaku zamwe zirifuka sanyu. Omukazi bwazala
alaba enaku, kubanga ekiserakye kituse: naye
omwana bwamala okuzalibwa nga takyajukira
kulumwa, olwesanyu eryokuzalibwa omuntu
22 munsi. Kale namwe kakano munakuwala: naye
ndibalaba nate, nemitima gyamwe girisanyuka,
23 nesanyu lyamwe tewali muntu alibagyako. Ne
ku lunaku luli temulinsaba kigambo. Dala dala
mbagamba nti Buli kyemulisaba Kitange, aliki-
24 bawa mu linya lyange. Okutusa lero temusa-
banga kigambo mu linya lyange: musabe, mu-
liwebwa, esanyu lyamwe litukirire.
25 Ebyo mbibabulide mu ngero: naye obude bu-
genda okuja, mwesiryogerera namwe mu ngero,
naye ndibibabulira ebya Kitange mu lwatu.
26 Ku lunaku luli mulisaba mu linya lyange: so
27 sibagamba nti ndibasabira eri Kitange; kuba-
nga Kitange ye nyini abagala, kubanga munja-
28 gade nze, mukiri'za nga nava eri Kitange. Nava

eri Kitange, nenjija munsi: nate ensi ngireka,
ng'enda eri Kitange. Abaigirizwabe nebamuga- 29
mba nti Laba, kakano oyogera lwatu, toyogera
lugero. Kakano tumanyi ngobimanyi byona, 30
so tewetaga muntu yena okukubuza; kyetuva
tukiriza nga wava eri Katonda. Isa nabadamu 31
nti Kakano mukiri'za? Laba, ekisera kija, era 32
kituse, mwemunasasanira, buli muntu mu bibye,
munandeka nze nzeka: so si nzeka, kubanga Ki-
tange ali wamu nange. Ebyo mbibabulide, 33
mube nemirembe munze. Munsi mulina enaku:
naye mugume; nze mpangude ensi.

17.

Isa yayogera ebyo; naimusa amasoge mu 1
gulu nagamba nti Kitange, ekisera kituse;
gulumiza Omwanawo, Omwanawo akugulumize:
nga bwewamuwa obuinza ku balina omubiri bona, 2
era bona bewamuwa, abawe obulamu obutagwa-
wo. Buno bwe bulamu obutagwawo, okutegera 3
gwe Katonda omu owamazima, noyo gwewatu-
ma, Isa Masiya. Nze nkugulumiziza kunsi ku- 4
banga omulimu gwewampa okukola ngukomeke-
re'za. Ai Kitange, ne kakano ngulumiza gwe 5
wamu nawe mu kitibwa kiri kyenali nakyo awa-
mu nawe ngensi tenabawo. Mbolese'za erinya- 6
lyo abantu bewampa okubagya munsi: bali babo,
nobampa nze; nabo bakute ekigambokyo. Ka- 7
kano bategede nga byona byona byewampa biva
mugwe: kubanga ebigambo byewampa mbibawa- 8
de; nebabiganya, nebategera mazima nga nava
gyoli, nebakiriza nga gwe wantuma. Nze mba- 9
sabira abo; sisabira nsi, wabula bo bewampa;
kubanga babo: era ebyange byona bibyo, nebi- 10

11 byo byange: nange ngulumizibwa mubo. Siri
munsi nate, naye bano bali munsi, nange njija
gyoli. Kitange Omutukuvu, obakume mu linya-
12 lyo bewampa, babere bumu, ngafe. Bwenali
nabo nze nabakuma mu linyalyo bewampa: era
nembazibira, tekubulanga muntu kubo, wabula
omwana wokubula; ebyawandikibwa bituki-
13 rire. Naye kakano njija gyoli; na bino mbyoge-
ra munsi, babe nesanyu lyange nga litukiride
14 mubo. Mbawade ekigambokyo; era ensi yaba-
kyawa, kubanga si ba nsi, nga nze bwesiri wa
15 nsi. Sisaba gwe kubagya munsi, naye obakume
16 mu bubi. Si ba nsi, nga nze bwerisi wa nsi.
17 Obatukuze mu mazima: ekigambokyo ge mazima.
18 Nga bwewantuma munsi, nange bwenabatuma
19 munsi. Era nze netukuza kubwabwe, nabo be
20 nyini batukuzibwe mu mazima. So sibasabira
bano boka, naye nabo abanzikiriza olwekigambo
21 kyabwe; bona babere bumu; nga gwe, Kitange,
bwoli munze, nange mugwe, era nabo babere
22 mufe: ensi ekirize nga gwe wantuma. Nange
ekitibwa kyewampa nkibawade; babere bumu,
23 nga fe bwetuli obumu; nze mubo, nawe munze,
batukiririre okuba obumu; ensi etegere nga gwe
wantuma, nobagala bo, nga bwewanjagala
24 nze. Kitange, bewampa, njagala, wendi nze,
nabo webaba babera nange; balabe ekitibwa
kyange kyewampa: kubanga wanjagala nze
25 ngensi tenatondebwa. Kitange Omutukirivu,
ensi teyakutegera, naye nze nakutegera; na bano
26 bātegera nga gwe wantuma; era nabategeza eri-
nyalyo era nditegeza; okwagala kwewanjagala
kubere mubo, nange mubo.

18.

Awo Isa bweyamala okwogera ebigambo ebyo 1
nafuluma nabaigirizwabe nebasomoka akaga
Kidironi, eyali olusuku, nagenda omwo ye
nabaigirizwabe. Era ne Yuda amulyamu olukwe, 2
yali amanyi ekifo ekyo: kubanga Isa yagenda-
ngayo emirundi mingi nabaigirizwabe. Awo 3
Yuda, bweyamala okuwebwa ekitongole (kya
baserikale) nabami eri bakabona abakulu Na-
bafalisayo, najayo ngalina etabaza, nemimuli,
namafumu. Awo Isa bweyamanya ebigambo 4
byona ebinamujira, navayo nabagamba nti Mu-
nonya ani? Neb mudamu nti Isa Omunazalesi. 5
Isa nabagamba nti Nze hzuno. Era ne Yuda,
amulyamu olukwe, yali aimiride nabo. Awo 6
bweyabagamba nti Nze nzuno, nebada enyuma
nebagwa wansi. Ate nababuza omulundi 7
ogwokubiri nti Munonya ani? Nebagamba nti 8
Isa Omunazalesi. Isa nadamu nti Mbabulide nti
nze nzuno: kale obanga munonya nze, muleke
bano bagende: ekigambo kyeyayogera kitukirizi- 9
bwe nti Kwabo bewampa sabuzako nomu. Awo 10
Simoni Petero eyalina ekitala nakisowola natema
omudu wa kabona omukulu, namusalako okutu
okwadyo Nerinya lyomudu Maliko. Awo Isa 11
nagamba Petero nti Zamu ekitala mu kirato
kyakyo: endeku gyampade Kitange, siginywe?
Awo ekitongole (kya baserikale), nomwami 12
wabwe omukulu, nabawereza Babayudaya neba-
mukwata Isa nebamusiba, nebasoka okumutwala 13
eri Ana; kubanga yali mukodomi wa Kayafa,
eyali kabona omukulu mu mwaka guli. Era 14

Kayafa oyo ye yabawa Abayudaya amagezi nti kisana omuntu omu okufirira abantu.

15 Simoni Petero nomuigirizwa omulala nebagoberera Isa. Awo omuigirizwa oli yali amanyidwa kabona omukulu, naingira ne Isa mu
16 lugya lwa kabona omukulu; naye Petero yali aimiride ebweru ku lugi. Awo omuigirizwa oyo omulala eyali amanyidwa kabona omukulu nafuluma nayogera nomuwala omugazi wolugi,
17 naingiza Petero. Awo omuwala oyo omugazi wolugi nagamba Petero nti Nawe oli wa mu baigirizwa ba muntu ono? Nagamba nti Siri
18 wamu. Abadu nabawereza bali baimiride awo nga bakumye omuliro gwamanda; kubanga yali mpewo; nebota omuliro: ne Petero naye yali nabo ngaimiride ngayota omuliro.

19 Awo kabona omukulu nabuza Isa (ebigambo)
20 byabaigirizwabe, nebyokuigirizakwe. Isa namudamu nti Nze nabuliranga lwatu ensi; bulijo naigirizanga mu makung'aniro ne mu yekalu, mwebakung'anira Abayudaya bona; sogeranga
21 mu kyama kigambo na kimu. Ombuliza ki? buza abampuliranga, byenabagamba: laba, abo
22 bamanyi nze byenayogera. Bweyayogera ebyo omu ku bawereza eyali amuimiride okumpi nakuba Isa oluwi nagamba nti Odamu oti kabona
23 omukulu? Isa namudamu nti Oba njogede bubi, kinumirize ekibi: naye oba kirungi, onkubira
24 ki? Awo Ana namuwereza nga musibe eri Kayafa kabona omukulu.

25 Ne Simoni Petero yali aimiride ngayota omuliro. Awo nebamugamba nti Nawe oli wa mu baigirizwabe? Ye neyegana nagamba nti
26 Siri wamu. Omu ku badu ba kabona omukulu owekika kyoyo Petero gweyasalako okutu, na-

gamba nti Nze sakulabye naye mu lusuku muli? Petero neyegana nate: amangwago 27
enkoko nekokolima.

Nebamugya Isa eri Kayafa, nebamutwala mu 28
kigango: era bwali bukya; bo be nyini nebataingira mu kigango, baleme okweyonona, naye bamale okulya Okuitako. Awo Pirato nafulu- 29
ma nagenda gyebali, nagamba nti Musango ki gwemulanze omuntu ono? Nebadamu neba- 30
mugamba nti Omuntu ono singa abade takoze bubi, tetwandimulese gyoli. Awo Pirato na- 31
bagamba nti Kale mumutwale mwe mumusalire omusango ngamateka gamwe bwegali. Abayudaya nebamugamba nti Tekyatulagirwa ku'ta muntu yena ekigambo kya Isa kitukirizibwe, 32
kyeyayogera, ngalaga okufa kwagenda okufa bwekuli.

Awo Pirato naingira nate mu kigango, naita 33
Isa namugamba nti Gwe Kabaka wa Bayudaya?
Isa nadamu nti Kino okyogede kububwo nantiki 34
balala be bakubulide ebigambo byange? Pirato 35
nadamu nti Nze ndi Muyudaya? Abegwanga lyamwe ne bakabona abakulu be bakundetede: okoze ki? Isa nadamu nti Obwakabaka bwa- 36
nge si bwa munsi muno: singa obwakabaka bwange bubade bwa munsi muno, basaja bange bandirwanye, nesiwebwayo mu Bayudaya: naye kakano obwakabaka bwange si bwa wano. Awo 37
Pirato namugamba nti Kale gwe kabaka? Isa nadamu nti Oyogede, kubanga nze kabaka. Nze nazalirirwa ekyo, nekyo kye kyandeta munsi, ntegeze amazima. Buli owamazima awulira edobozi lyange. Pirato namugamba nti Amazi- 38
ma kye ki?

Bweyamala okwogera ekyo, nafuluma nate

nagende awali Abayudaya, nabagamba nti Si-
39 raba musango kuye. Naye mulina empisa, nze
okubatera omu ku Kuitako: kale mwagala
40 mbatere Kabaka Wabayudaya? Awo nebaka-
yana, nebagamba nti Si ono, wabula Balaba.
Noyo Balaba yali munyazi.

19.

1 Awo Pirato nalyoka atwala Isa namukuba
2 emigo. Baserikale nebaluka engule yamagwa,
nebamutikira ku mutwe, nebamwambaza olugoye
3 olwefulungu; nebaja wali nebagamba nti Mire-
mbe, Kabaka Wabayudaya! nebamukuba empi.
4 Pirato nafuluma nate ebweru, nabagamba nti
Laba mufulumya bweru wemuli, mutegere
5 nga siraba musango kuye. Awo Isa nafu-
luma, ngayambade engule yamagwa nolugoye
olwefulungu. (Pirato) nabagamba nti Laba
6 omuntu oyo! Awo bakabona abakulu nabawe-
reza bwebamulaba, nebogerera wagulu nga baga-
mba Komerera, komerera. Pirato nabagamba
nti Mumutwale mwe mumukomerere: kubanga
7 nze siraba musango kuye. Abayudaya neba-
mudamu nti Fe tulina eteka nolweteka eryo
agwanide okufa, kubanga yefula Omwana wa
8 Katonda. Awo Pirato bweyawulira ekigambo
9 ekyo, neyeyongera okutya; naingira nate mu
kigango, nagamba Isa nti Oli wa wa? Naye Isa
10 natamudamu. Awo Pirato namugamba nti Toyo-
gera nange? tomanyi nga nina obuinza obwo-
kukuta, era nina obuinza obwokukukomerera?
11 Isa namudamu nti Tewandibade na buinza bwo-
na kunze, singa tebwakuwebwa okuva wagulu;
ampadeyo gyoli kyavude abera nekibi ekisinga.

Okusokera awo Pirato nasala amagezi okumuta: 12
naye Abayudaya nebogerera wagulu nga baga-
mba nti Bwonomuta oyo nga toli mukwano gwa
Kaisali: buli muntu yena eyefula kabaka awa-
kanya Kaisali. Awo Pirato bweyawulira ebiga- 13
mbo ebyo nafulumya Isa ebweru, natula ku nte-
be eyemisango mu kifo ekiitibwa Amainja amā-
lire naye mu Lweberaniya Gabasa. Lwali lunaku 14
lwa Kutegeka Okuitako: zali nga ziri esawa mu-
kaga. Nagamba Abayudaya nti Laba Kabaka
wamwe! Awo bo nebogerera wagulu nti Mu- 15
gyewo, mugyewo mukomerere. Pirato nabaga-
mba nti Nakomerera Kabaka wamwe? Bakabona
abakulu nebadamu nti Tetulina kabaka wabula
Kaisali. Awo nalyoka amubawa okukomererwa. 16

Awo nebamutwala Isa: nafuluma, nga yetise 17
yeka omusalabagwe, (natuka) mu kifo ekiitibwa
Ekyekiwanga, ekiitibwa mu Lweberaniya Golo-
gosa: nebamukomererera wo, era nabalala babiri 18
wamu naye, eruwi neruwi, ne Isa wakati. Ne 19
Pirato nawandika ebaluwa nagisa ku musalaba,
ngewandikidwa nti ISA OMUNAZALESI KA-
BAKA WABAYUDAYA. Awo ebaluwa eyo 20
bangi ku Bayudaya nebagisoma: kubanga ekifo
kyebamukomereramu Isa kyali kumpi neki-
buga: era yawandikibwa mu Lweberaniya, ne
mu Luyonani, ne mu Lulumi. Awo bakabona 21
abakulu Babayudaya nebamugamba Pirato nti
Towandika nti Kabaka Wabayudaya; naye nti
oyo yayogera nti Nze Kabaka Wabayudaya.
Pirato nadamu nti Kyempandise kyempandise. 22

Awo baserikale bwebamala okukomerera Isa, 23
nebatwala ebyambalobye, nebateka emiteko ena,
buli serikale muteko; nekanzuye; nekanzuye
teyatungwa, yalukibwa bulukibwa yona okuva

24 wagulu. Nebagamba boka na boka nti Tuleme okugiyuzamu, naye tugikubire akalulu, (tulabe) anaba nyiniyo: ekyawandikibwa kitukirire, ekyogera nti

Bagabana ebyambalo byange,

Era bakubira akalulu ekyokwambala kyange.

25 Awo baserikale nebakola ebyo. Naye bali baimiride awo awali omusalaba gwa Isa, nyina, ne muganda wa nyina, Malyamu muka Kulopa, ne
26 Malyamu Magadalene. Awo Isa bweyalaba nyina, nomuigirizwa gweyali ayagala ngaimiride kumpi, nagamba nyina nti Omukyala, laba,
27 omwanawo! Oluvanyuma nagamba omuigirizwa nti Laba, nyoko! Awo okuva mu sawa eyo omuigirizwa oyo namutwala eka ewuwe.

28 Oluvanyuma lwebyo, Isa bweyamanya nti kano ebigambo byona bimaze okutukirira, ekyawandikibwa kitukirizibwe, nagamba nti Nina
29 enyonta. Wali watekedwawo ekibya ekijude omwenge omukatufu: awo nebasa ku ezobu ekisumwa ekijude omwenge omukatufu, nebaki-
30 twala ku mumwagwe. Awo Isa bweyamala okuwebwa omwenge, nagamba nti Kiwede: nakutamya omutwegwe, nawayo omwoyogwe.

31 Awo Abayudaya, kubanga lwali lunaku lwa Kutegeka, emirambo gireme okubera ku musalaba ku lunaku lwa sabiti [kubanga olunaku lwa sabiti eyo lwali lukulu], nebasaba Pirato okubame-
32 nya amagulu gabwe, balyoke bagyibweko. Awo baserikale nebaja, nebasokera kwomu nebamumenya amagulu, nomulala eyakomererwa naye:
33 naye bwebaja eri Isa, nebalaba ngamaze okufa,
34 nabatamumenya magulu: naye serikale omu namufumita mu mbirizize nefumu, amangwago
35 nemuvamu omusai nama'zi. Naye eyalaba na-

tegeza nokutegezakwe kwa mazima: era oyo amanyi ngayogera amazima, namwe mulyoke mukirize. Kubanga ebyo byabawo, ekyawandikibwa 36
kitukirire nti Talimenyebwa gumba. Era nate 37
ekyawandikibwa ekirala kigamba nti Balimulaba gwebafumita.

Awo oluvanyuma lwebyo Yusufu Owealimasa- 38
ya, eyali omuigirizwa wa Isa, naye mu kyama olwokutya Abayudaya, neyegairira Pirato okugyako omulambo gwa Isa: awo Pirato nakiriza. Naja, nagyako omulambogwe. Ne Nikodemo naja [eyasoka okuja gyali ekiro,] 39
ngalese ebitabule ebyenvumbo ne akalosi, obuzito bwabyo lateri nga kikumi. Awo nebatwala 40
omulambo gwa Isa, nebaguzinga mu ngoye zekitani wamu nebyakalosa ebyo, nga Abayudaya bwebaisa okuzika. Awo mu kifo weyakomere- 41
rwa waliwo olusuku; ne mu lusuku mwalimu entana empya etanaba kutekebwamu muntu.
Awo kubanga lwali lunaku lwa Kutegeka Okwa- 42
bayudaya [era kubanga entana yali kumpi] nebasa omwo Isa.

20.

Awo ku lunaku olusoka mu naku omusanvu, 1
Malyamu Magadalene naja mu matulutulu, nga tebunalaba, eri entana, nalaba ngejinja ligyidwa ku ntana. Awo nadukana, naja eri Simoni Pe- 2
tero, neri omuigirizwa oli omulala Isa gweyali ayagala, nabagamba nti Bamugyemu Mukama wafe mu ntana, so tetumanyi gyebamutade. Awo 3
Petero nafuluma, nomuigirizwa oyo omulala, nebagenda ku ntana. Nebadukana bombi wamu; 4
nomuigirizwa oyo omulala naisa Petero, nasoka okutuka ku ntana: nakutama nalingizamu, na- 5

laba engoye zekitani nga zitekedwa awo; naye
6 nataingira. Awo ne Simoni Petero naja ngamu-
goberera, naingira mu ntana; nalaba engoye ze-
7 kitani nga zitekedwa awo, nekiwero ekyali ku
mutwegwe nga tekitekedwa wamu na ngoye ze-
kitani, naye nga kizingidwa nga kiri kyoka ku
8 bali. Awo nomuigirizwa oyo omulala eyasoka
9 okuja ku ntana, naingira, nalaba nakiriza. Ku-
banga bali tebanategera ekyawandikibwa nti
10 kimugwanira okuzukira mu bafu. Awo nate
abaigirizwa nebadayo ewabwe eka.
11 Naye Malyamu yali aimiride ebweru awali
entana ngakaba: awo bweyali ngakaba, naku-
12 tama nalingiza mu ntana; nalaba bamalaika ba-
biri nga bambade enjeru, nga batude, omu emi-
twetwe omulala mulanamiro, omulambo gwa Isa
13 wegwali gutekedwa. Abo nebamugamba nti
Omukyala, okabira ki? Nabagamba nti Kubanga
bamugyemu Mukama wange, nange simanyi gye-
14 bamutade. Bweyamala okwogera bwatyo, na-
kyuka enyuma, nalaba Isa ngaimiride, natamanya
15 nga ye Isa. Isa namugamba nti Omukyala, oka-
bira ki? ononya ani? Ye ngalowoza nti ye muku-
mi wolusuku, namugamba nti Sebo, obanga gwo-
mutute walala, mbulira gyomutade, nange namu-
16 gyayo. Isa namugamba nti Malyamu. Nakyuka
namugamba mu Lweberaniya nti Laboni; amaku-
17 lu gakyo Muigiriza. Isa namugamba nti Tonkwa-
tako; kubanga sinaba kulinya mu gulu eri Kita-
nge: naye genda eri baganda bange, obabulire
nti Ninya mu gulu eri Kitange, era Kitamwe,
18 eri Katonda wange, era Katonda wamwe. Ma-
lyamu Magadalene naja nabulira abaigirizwa nti
Ndabye Mukama wafe; era bwamugambye ebi-
gambo bino.

Awo ku lunaku luli bwebwali akawungezi, ku 19
lunaku olusoka mu naku omusanvu, enzigi bwe-
zali nga zigadwawo abaigirizwa mwebali, olwo-
kutya Abayudaya, Isa naja, naimirira wakati
mubo, nabagamba nti Emirembe gibe mumwe.
Awo bweyamala okwogera bwatyo, nabalaga 20
engaloze nembirizize. Abaigirizwa nebasanyu-
ka, bwebalaba Mukama (wabwe). Awo Isa na- 21
bagamba nate nti Emirembe gibe mumwe: nga
Kitange bweyantuma nze, nange bwentyo mba-
sindika mwe. Bweyamala okwogera ekyo, naba- 22
siza omuka, nabagamba nti Mutole Omwoyo
Omutukuvu: bemuligyako ebibi bona, bagyi- 23
bwako; bemulisibira ebibi bona, basibirwa.

Naye Tomasi, omu ku kumi nababiri, eyaiti- 24
bwanga Didumo, teyali nabo Isa bweyaja. Awo 25
abaigirizwa abalala nebamubulira nti Tulabye
Mukama wafe. Naye nabagamba nti Bwesiriraba
mu bibatubye enkovu zeninga, nenzisako olu-
nwe lwange ku nkovu zeninga, nenzisamu omu-
kono gwange mu mbirizize, sirikiriza na katono.

Oluvanyuma nga ziisewo enaku munana, ate 26
abaigirizwabe bali munda, ne Tomasi ngali nabo,
Isa naja, enzigi nga zigadwawo, naimirira wakati
(mubo) nagamba nti Emirembe gibe mumwe.
Awo nagamba Tomasi nti Leta wano olunwerwo 27
olabe ebibatu byange; era olete nomukono-
gwo, oguse mu mbirizi zange; oleme okuba
atakiriza naye akiriza. Tomasi nadamu na- 28
mugamba nti Gwe Mukama wange, era Katonda
wange. Isa namugamba nti Kubanga onda- 29
bye, kyovude okiriza; balina omukisa abakiriza
nga tebaliko kyebalaba.

Waliwo obubonero obulala bungi Isa bweya- 30
kolera mu maso gabaigirizwa, obutawandikibwa

31 mu kitabo kino; naye buno bwawandikibwa, mulyoke mukirize nti Isa ye Masiya, Omwana wa Katonda; era bwemukiriza mube nobulamu mu linyalye.

21.

1 Oluvanyuma lwebyo Isa neyeraga nate mu baigirizwabe ku nyanja Eyetiberiya; neyeraga
2 bwati. Bali bali wamu Simoni Petero, ne Tomasi aitibwa Didumo, ne Nasanaeri Owekana Ekyegaliraya, na (bana) ba Zebedayo, nabaigiri-
3 zwabe abalala babiri. Simoni Petero nabagamba nti Ng'enda kuvuba. Nebamugamba nti Nafe tugenda nawe. Nebagenda, nebasabala
4 mu lyato; ekiro ekyo nebatakwasa kintu. Naye bwali bukya Isa naimirira ku tale: naye aba-
5 igirizwa nebatamanya nga ye Isa. Awo Isa nabagamba nti Abana, mulina ekyokulira? Ne-
6 bamudamu nti Tetulina. Nabagamba nti Musule omugonjo ku luwi olwadyo olweryato, munakwasa. Awo nebasula, awo nga tebakyainza kugu-
7 walula olwebyenyanja ebingi. Awo omuigirizwa oyo Isa gweyali ayagala nagamba Petero nti Ye Mukama wafe. Awo Simoni Petero bweyawulira nga ye Mukama wafe neyesiba olugoye [kubanga yali bwerere] neyesula mu nyanja.
8 Naye abaigirizwa abalala nebajira mu lyato etono [kubanga bali tebali wala netale, naye emikono nga bikumi bibiri,] nga bawalula omugonjo
9 oguliko ebyenyanja. Awo bwebavamu nebatuka ku tale, nebalaba omuliro ogwamanda nga guli awo nebyenyanja nga bitekedwako, nomu-
10 gati. Isa nabagamba nti Mulete ku byenyanja
11 byemukwasiza kakano. Awo Simoni Petero

nasabala, nawalulira omugonjo ku tale, nga gujude ebyenyanja ebinene, kikumi mwatano mu bisatu: naye newakubade nga byali bingi bwebityo, omugonjo negutakutuka. Isa nabaga- 12
mba nti Muje mulye. So mu baigirizwa nemutaba muntu eyayang'anga okumubuza nti Gwani, nga bamanyi nga ye Mukama wafe. Isa na- 13
ja, nadira omugati, nabawa, nebyenyanja bwatyo. Guno gwe mulundi ogwokusatu Isa bwe- 14
yalabika mu baigirizwa, oluvanyuma ngamaze okuzukira mu bafu.

Awo bwebamala okulya, Isa nagamba Simoni 15
Petero nti Simoni, (omwana) wa Yokana, onjagala okukira bano? Namugamba nti Wewawo, Mukama wange; gwomanyi nga nkwagala. Namugamba nti Lisa abana bendiga bange. Na- 16
mugamba nate omulundi ogwokubiri nti Simoni (omwana) wa Yokana, onjagala? Namugamba nti Wewawo, Mukama wange; gwomanyi nga nkwagala. Namugamba nti Lunda endiga zange. Namugamba omulundi ogwokusatu nti Simo- 17
ni (omwana) wa Yokana, onjagala? Petero nanakuwala kubanga amugambye omulundi ogwokusatu nti Onjagala? Namugamba nti Mukama wange, gwomanyi byona; gwotegera nga nkwagala. Isa namugamba nti Lisa endiga zange. Dala dala nkugamba nti Bwewali omu- 18
vubuka, wesibanga nogenda gyoyagala yona: naye bwolikadiwa, oligolola emikonogyo, omulala alikusiba, alikutwala gyotoyagala. Yayo- 19
gera bwatyo, ngalaga okufa kwalifa okugulumiza Katonda. Bweyamala okwogera bwatyo, namugamba nti Ngoberera. Petero bweyakyu- 20
ka, nalaba omuigirizwa Isa gweyali ayagala ngagobefera; era oyo ye yagalamira mu kifubakyo

ku mere eyekyegulo, nagamba nti Mukama wa-
21 nge, ani anakulyamu olukwe? Awo Petero bwe-
yamulaba oyo nagamba Isa nti Mukama wange,
22 nono, (aliba ki)? Isa namugamba nti Bwenjagala
aberewo okutusa wendijira, ofayo ki? gwe gobe-
23 rera nze. Awo ekigambo ekyo nekibuna mu
boluganda nti omuigirizwa oyo talifa: songa
Isa teyamugamba nga talifa; naye nti Bwenjaga-
la aberewo okutusa wendijira, ofayo ki?

24 Oyo ye muigirizwa eyategeza bino, nawandika
bino; nafe tumanyi ngokutegezakwe kwa ma-
zima.

25 Nate waliwo ebirala bingi Isa bye yakola, na-
byo bwebiwandikibwa kina kimu ndowoza nti ne-
nsi zona tezandigidemu bitabo ebyandiwandi-
kidwa.

EBIKOLWA BYABATUME.

1.

Ekitabo ekyoluberyeberye nakikola, munange 1
Te'firo, ekya byona Isa byeyasoka okukola no-
kuigiriza, okutusa ku lunaku luli bweyamala 2
okubalagira Kubwomwoyo Omutukuvu abatume
beyalonda natwalibwa mu gulu. Bweyamala 3
okubonyabonyezebwa neyeraga mubo nga mu-
lamu, mu bubonero bungi, ngabalabikira ebanga
lyenaku amakumi ana, ngayogera ebyobwaka-
baka bwa Katonda. Awo bweyakung'ana nabo 4
nabalagira baleme okuva mu Yerusalemi, naye
balindirire okusubiza kwa Kitange kwemwawu-
lira gyendi: kubanga Yokana yabatiza nama'zi; 5
naye mwe mulibatizibwa Nomwoyo Omutukuvu
mu nayu si nyingi.

Awo bwebakung'ana nebamubuza nga baga- 6
mba nti Mukama wafe, mu biro bino mwonoko-
mezawo obwakabaka eri Isiraeri? Nabagamba 7
nti Si kwamwe okumanya entuko newakubade
ebiro, Kitafe byeyateka mu buinzabwe ye. Naye 8
muliwebwa amanyi, Omwoyo Omutukuvu bwa-
limala okuja kumwe, namwe muliba bajulirwa
bange mu Yerusalemi ne mu Buyudaya bwona
ne mu Samaliya, nokutusa ku nkomerero yensi.
Bweyamala okwogera ebyo, nga batunulira, na- 9
situlibwa, ekire nekimutola okumugya mu maso
gabwe. Bwebali bekaliriza amaso mu gulu 10

bwagenda, laba, abantu babiri nebaimirira kumpi
11 nabo nga bambade engoye ezitukula; abayogera
nti Abantu Begaliraya kiki ekibaimiriza nga mu-
laba mu gulu? Oyo Isa abagyidwako okutwa-
libwa mu gulu alija bwatyo nga bwemumulabye
ngagenda mu gulu.
12 Nebakomawo Eyerusalemi okuva ku lusozi olu-
itibwa olwa Zeituni, oluli okumpi ne Yerusalemi
13 ngolugendo olwokusabiti. Awo bwebaingira
nebalinya mu kisenge ekya wagulu, webatula-
nga; Petero ne Yokana ne Yakobo, ne Ande-
reya, Firipo ne Tomasi, Batolomayo ne Matayo,
Yakobo (omwana) wa Alifayo, ne Simoni Zerote,
14 ne Yuda (omwana) wa Yakobo. Abo bona bali
nga banyikira nomwoyo gumu mu kusaba, wamu
nabakazi ne Malyamu nyina Isa, ne bagandabe.
15 Mu naku ezo Petero naimirira wakati mu
boluganda nayogera [ekibina kyabantu (abaku-
16 ng'ana) bali nga kikumi mwabiri] nti Abasaja
aboluganda, kyagwana ekyawandikibwa kitu-
kirizibwe, Omwoyo Omutukuvu kyeyayogera
eda mu kamwa ka Daudi, ku Yuda, eyali
17 omusale wabwe abamukwata Isa; kubanga
yabalirwa wamu nafe, nawebwa omugabo gwo-
18 kuwereza kuno. [Oyo nagula enimiro nempera
eyobubibwe; nagwa mu maso, nayabika wakati,
19 ebyenda byona nebiika. Nekitegerekeka eri
abo bona abali mu Yerusalemi; enimiro eyo mu
lulimi lwabwe neitibwa Akeridama, ye nimiro
20 eyomusai.] Kubanga kyawandikibwa mu kitabo
kya Zabuli nti

Ekibanjakye kizike,
So kireme okuberamu omuntu:

era nti

Obulabirizibwe buwebwe omulala.

Kale kigwanye mu bantu abaitanga nafe mu 21
biro byona bweyaingira nava gyetuli Mukama
wafe Isa, okuva ku kubatiza kwa Yokana oku- 22
tusa ku lunaku lweyatugyibwako, omu kwabo
abere omujulirwa wokuzukirakwe awamu nafe.
Nebalonda babiri, Yusufu aitibwa Balasaba, na- 23
tumibwa nate erinya Yusito, ne Matiya. Ne- 24
basaba, nebagamba nti Gwe, Mukama wafe,
amanyi emitima gyabantu bona, lagako omu
gwolonze ku bano bombi, awebwe ekifo kyo- 25
kuwereza okwo nobutume, Yuda byeyasubwa
agende mu kifokye ye. Nebabakubira obululu; 26
akalulu nekamugwako Matiya; nabalirwa wamu
nabatume ekumi nomu.

2.

Awo olunaku lwa Pentekote bwerwatuka, bona 1
bali wamu mu kifo kimu. Amangwago oku- 2
wuma nekuba mu gulu ngempewo ewuma
namanyi, nekujuza enyumba yona mwebali
batude. Nekulabika kubo enimi ngezomuliro 3
nga zeyawudemu; buli lulimi nerutula ku buli
muntu. Bona nebajula Omwoyo Omutukuvu, 4
nebatanula okwogera enimi endala, nga Omwoyo
bweyabawa okuzogera.

Waliwo mu Yerusalemi Abayudaya nga ba- 5
tude, abantu abegendereza, abava mu buli gwanga
lyabantu wansi wegulu. Okuwuma okwo bwe- 6
kwabawo, ekibina nekikung'ana nekisamalirira,
kubanga bawulira buli muntu nga bogera mu
lulimi lwewabwe. Nebawunikirira bona, nebe- 7
wunya, nga bogera nti Laba, bano bona abogera
si Bagaliraya? Era kiki fe buli muntu oku- 8
wulira olulimi lwewafe gyetwazalibwa? Aba- 9

pazi Nabamedi, Naberamiti, nabali mu Mesopotamiya, mu Buyudaya ne Kapadokiya, mu
10 Ponto ne mu Asiya, mu Fulugiya ne mu Panfuliya, mu Misiri ne munsi Ezeribua eziriranye Kulene, Nabalumi abagenyi, Abayudaya nabakyufu,
11 Abakulete Nabawalabu, tubawulira bano nga bogera mu nimi zafe ebyekitalo ebya Katonda.
12 Bona nebewunya nebabusabusa nebagamba-
13 gana nti Amakulu gakyo kiki kino? Naye abalala nebabasekerera nebagamba nti Batamide omwenge omusu.
14 Naye Petero bweyaamirira ne bali ekumi nomu, nayogerera wagulu nabagamba nti Abasaja Abayudaya nabatula mu Yerusalemi mwena, mutegere kino, mutegere amatu ebigambo
15 byange. Kubanga bano tebatamide, nga mwe bwemulowoza; kubanga ye sawa eyokusatu
16 eyemisana. Naye bino bye byayogerwa nabi Yoeri nti
17 Olulituka mu naku ezoluvanyuma, bwayogera Katonda,
Ndifuka ku Mwoyo gwange ku balina omubiri bona:
Batabani bamwe ne bawala bamwe baliragula,
Nabalenzi bamwe baliraba okwolesebwa,
Nabakade bamwe balirota ebiroto:
18 Wewawo, ne ku badu bange nabazana bange mu naku ziri
Ndibafukirako ku Mwoyo gwange, baliragula.
19 Ndireta ebyekitalo mu gulu wagulu
Nobubonero munsi wansi,
Omusai nomuliro nokunyoka kwomuka.
20 Enjuba erifuka ekizikiza,
Nomwezi okuba omusai,
Olunaku lwa Mukama

Olukulu olulitenderezebwa nga terunaba kuja.
Olulituka buli alisaba erinya lya Mukama 21
alirokoka.
Abasaja Abaisiraeri, muwulire ebigambo bino. 22
Isa Omunazalesi, omuntu eyabalagibwa Katonda
mu bigambo ebyamanyi nebyamagero nobubo-
nero, Katonda byeyamukoza wakati mumwe,
nga mwe bwemumanyi; oyo bweyawebwayo 23
nga Katonda bweyasoka okutesa nokumanya,
mwamutwala nemumukomerera nemikono gya-
bantu ababi, nemumu'ta. Naye oyo Katonda 24
yamuzukiza, bweyasumulula okulumwa kwo-
kufa: kubanga tekwainza kumunyuweza. Ku- 25
banga Daudi amwogerako nti
Nalaba Mukama enaku zona mu maso gange,
Kubanga ali ku mukono gwange ogwadyo,
neme okusagasagana.
Omutima gwange kyegwava gwesima, olulimi 26
lwange nerusanyuka;
Era nomubiri gwange gulibera mu subi:
Kubanga tolindeka bulamu bwange mu ma- 27
gombe,
So toliwayo Mutukuvuwo kuvunda.
Wanjigiriza amakubo gobulamu; 28
Olinjijuza esanyu namasogo.
Abasaja aboluganda, nyinza okwogera nobu- 29
vumu mu maso gamwe ebya jaja wafe omukulu
Daudi nti yafa nazikibwa, namalaloge gali wafe
ne kakano. Kale, bweyali nabi, bweyamanya 30
nga Katonda yamulairira ekirairo, nti mu bazu-
kulu abomuntumbweze alituzako omuntu ku
ntebeye, bweyalaba oluberyeberye, nayogera ku 31
kuzukira kwa Masiya nga teyalekebwa mu
magombe songa nomubirigwe tegwavunda. Isa
oyo Katonda yamuzukiza, fena fe bajulirwa. 32

33 Awo bweyalinyisibwa ku mukono ogwadyo ogwa
Katonda, nawebwa okusubiza Kwomwoyo Omu-
tukuvu eri Kitawe, afuse kino kyemulabye
34 kakano kyemuwulide. Kubanga Daudi teya-
linya mu gulu, naye yayogera ye nyini nti
Mukama yagamba Mukama wange nti Tula
ku mukono gwange ogwadyo,
35 Okutusa lwenditeka abalabebo okuba entebe
yebigerebyo.
36 Kale mazima bamanye enyumba yona eya
Isiraeri nti Katonda yamufula Mukama era
Masiya, Isa oyo gwemwakomerera.
37 Awo bwebawulira ebyo emitima gyabwe ne-
gibaluma, nebagamba Petero nabatume abalala
38 nti Abasaja aboluganda, tunakola tutya? Petero
nabagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli mu-
ntu mumwe okuingira mu linya lya Isa Masiya
okugyibwako ebibi byamwe, munawebwa eki-
39 rabo gwe Mwoyo Omutukuvu. Kubanga oku-
subizibwa kwamwe era kwa bana bamwe nabo
bona abali ewala, bona abaliitibwa Mukama Ka-
40 tonda wafe. Era nabategeza mu bigambo ebirala
bingi nababulirira ngagamba nti Mulokolebwe
41 mu mirembe gino egyakyama. Awo abakiriza
ekigambokye nebabatizibwa: nebongerwako ku
42 lunaku luli abantu ngenkumi satu. Nebaba nga
banyikirira okuigirizibwa kwabatume, ne mu ku-
sekimu, ne mu kumenya emigati ne mu kusaba.
43 Buli muntu natya: ebyamagero bingi no-
44 bubonero nebikolebwa abatume. Bona aba-
kiriza bali wamu, nebaba nga basa kimu mu
45 byona, ebyobugaga byabwe nebintu byebali
nabyo nebabitunda nebagabira bona nga buli
46 muntu bweyali yetaga. Nabo nga banyikira
bulijo nomwoyo gumu mu yekalu, nga bamenya

emigati mu nyumba eka, nebalya emere nesanyu
nomutima ogutalina bukusa, nga batendereza 47
Katonda, nga basimibwa abantu bona. Muka-
ma nabongerangako bulijo abali balokoka.

3.

Awo Petero ne Yokana nebalinya mu yekalu 1
mu sawa eyokusaba, esawa eyomwenda. Wali- 2
wo omuntu omulema okuva mu lubuto lwa
nyina yali asitulidwa, gwebatekanga bulijo ku
lugi lweyekalu olwaitibwanga Olulungi, okuba-
sabanga efeza abaingira mu yekalu. Oyo bwe- 3
yalaba Petero ne Yokana nga bagenda okuingira
mu yekalu nasaba okuwebwa efeza. Petero 4
namwekaliriza amasoge ne Yokana nagamba
nti Tunulira fe. Nabawulira, ngalowoza nti ba- 5
namuwa ekintu. Naye Petero nagamba nti Efeza 6
nezabu sibirina; naye kyenina kyenkuwa: mu
linya lya Isa Masiya Omunazalesi, tambula.
Namukwata ku mukono ogwadyo namuimusa. 7
Amangwago ebigerebye nobukongovule nebifuna
amanyi; nagolokoka mangu naimirira natambula, 8
naingira nabo mu yekalu ngatambula ngabuka
ngatendereza Katonda. Abantu bona neba- 9
mulaba ngatambula ngatendereza Katonda, ne- 10
bamutegera nga ye wuyo eyatulanga ku lugi
Olulungi olweyekalu okusaba efeza, nebawuni-
kirira nyo nokwewunya olwekyo ekimukoledwa.
Bweyali ngakyakute Petero ne Yokana, ekibina 11
kyona nebadukana gyebali nebakung'anira mu
kisasi ekiitibwa ekya Sulemani nga bewunya nyo.
Awo Petero bweyalaba nadamu ekibina nti Aba- 12
saja Abaisiraeri, kiki ekibewunyisa bino? Mu-
twekaliririza ki amaso ngamanyi gafe fe oba

kutya kwafe Katonda bye bimutambuziza oyo?
13 Katonda wa Ibulaimu era owa Isaka era owa
Yakobo, Katonda wa bajaja bafe, yagulumiza
Mulenziwe Isa, gwemwawayo nemumwegana
mu maso ga Pirato, bweyasala omusango oku-
14 muta. Naye mwe nemumwegana Omutukuvu
era Omutukirivu, nemwagala okuwebwa omu'si,
15 nemumu'ta omukulu wobulamu; oyo Katonda
16 yamuzukiza mu bafu: fe bajulirwa bakyo. Era
olwokukiriza erinyalye oyo gwemulaba gwemu-
manyi erinyalye limuwade amanyi, nokukiriza
okuli mwoyo kumuwade obulamu buno obutu-
17 kiride mu maso gamwe mwena. Kale kakano,
aboluganda, manyi nga mwakola nga temu-
18 manyi, nga nabakulu bamwe. Naye Katonda
byeyabulira eda mu kamwa ka banabi bona
nga Masiyawe alibonyabonyezebwa, yabitu-
19 kiriza bwatyo. Kale mwenenye, mukyuke,
ebibi byamwe bisangulibwe, ebiro ebyokuwu-
20 muzibwa mu maso ga Mukama bituke; naye
amutume Masiya eyabawulirwa eda, ye Isa,
21 eyagwanyizibwa okutwalibwa mu gulu okutusa
mu biro ebyokulongosezamu byona, Katonda
byeyayogerera mu kamwa ka banabibe abatu-
22 kuvu abaliwo okuva ku luberyeberye. Musa
yagamba nti Mukama Katonda alibaimiririza nabi
aliva mu baganda bamwe nga nze; oyo mumu-
23 wuliranga byona byalibagamba. Olulituka buli
mwoyo ogutamuwulira nabi oli gulizikirizibwa
24 mu gwanga. Wewawo, ne banabi bona nabo oku-
va ku Samuiri nabadirira, bona abayogera, babu-
25 lira enaku zino. Mwe muli bana ba banabi,
era abendagano Katonda gyeyalagana ne bajaja
bamwe, ngagamba Ibulaimu nti Ne mu zaderyo
ebika byona ebyensi mwebiriwerwa omukisa.

Okusoka gyemuli Katonda, bweyamala okumu- 26
zukiza Mulenziwe namutuma gyemuli abawe
omukisa, ngakyusa buli muntu mu bibi byamwe.

4

Bwebali nga bogera nekibina, nebaja gyebali 1
bakabona nomukulu weyekalu Nabasadukayo,
nga banakuwade nyo kubanga baigiriza ekibina 2
era babulira kubwa Isa okuzukira mu bafu. Ne- 3
babasako emikono nebabasa mu komera okutu-
sa enkya; kubanga bwali buwungede. Naye 4
abamu bangi abawulira ekigambo nebakiriza,
omuwendo gwabasaja nebaba ngenkumi tano.

Awo bwebwakya enkya abakulu nabakade na- 5
bawandisi nebakung'anira mu Yerusalemi: ne 6
Ana kabona omukulu, ne Kayafa ne Yokana ne
Alegezanda, ne bona abekika kya kabona omu-
kulu: nebabateka wakati, nebabuza nti Manyi 7
ki oba linya ki eribakoza mwe ebyo? Awo Pe- 8
tero bweyajula Omwoyo Omutukuvu, nabagamba
nti Abakulu babantu nabakade, bwetubulirizibwa 9
kero olwokumukola obulungi omuntu omulwade,
ekimuwonyeza; mutegere mwena nekibina kyo- 10
na Ekyabaisiraeri nti mu linya lya Isa Masiya
Omunazalesi, gwemwakomerera mwe, Katonda
gweyazukiza mu bafu, kubwoyo ono aimiride mu-
lamu mu maso gamwe. Oyo lye jinja eryanyome- 11
bwa mwe abazimbi, erifuse ekulu eryokunsonda.
So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali 12
na linya dala wansi wegulu eryabawebwa abantu
eritugwanira okutulokola.

Awo bwebalaba obugumu bwa Petero ne 13
Yokana, nebabategera okuba abantu abatamanyi
kusoma era abataigirizwa nyo, nebewunya, ne-

14 babategera nga bali wamu ne Isa. Era bwe-
balaba omuntu eyawonyezebwa ngaimiride nabo,
15 tebalina kya kudamu. Naye nebalagira bave
16 mu lukiko, nebasala amagezi boka nga baga-
mba nti Tunabakola tutya abantu bano? Kuba-
nga bakoze akabonero akayatukiride, ekigambo
ekyo kimanyidwa abantu bona abatula mu Ye-
17 rusalemi, so tetuinza kukyegana. Naye kireme
okweyongera okubuna mu bantu, tubakange ba-
leme okwogera mu linya eryo nomuntu yena ye-
18 na. Nebabaita nebabalagira baleme okwogera na
katono newakubade okuigiriza mu linya lya Isa.
19 Naye Petero ne Yokana nebadamu nebabaga-
mba nti Obanga kirungi mu maso ga Katonda
okuwulira mwe okusinga Katonda, mwogere;
20 kubanga fe tetuinza kulema kwogera byetwalaba
21 byetwawulira. Nabo bwebeyongera okubakanga
nebabata, nga tebalaba kyebanabalanga okubabo-
nereza, olwekibina; kubanga bona bali bamute-
22 ndereza Katonda olwekyo ekikoledwa. Kubanga
obukulubwe yali aitiride emyaka amakumi ana
omuntu eyakolerwa akabonero kano akokuwo-
nyezebwa.

23 Bwebatebwa nebagenda mu kibina kyabwe,
nebabulira byona byebagambidwa bakabona aba-
24 kulu nabakade. Nabo bwebawulira nebaimusa
edobozi lyabwe nomwoyo gumu eri Katonda,
nebagamba nti Mukama, gweyakola egulu ne-
25 nsi nenyanja nebirimu byona, gweyayogera
Kubwomwoyo Omutukuvu mu kamwa ka jaja
wafe Daudi mulenziwo nti

Abamawanga kiki ekibesaziza akajegere,
Nebika birowozeza ebitalimu?

26 Bakabaka bensi bāsimba enyiriri,
Nabakulu bākung'ana wamu

Ku Mukama ne ku Masiyawe:
Kubanga mazima bakung'anira mu kibuga 27
muno ku Mulenziwo omutukuvu Isa, gwewafukako amafuta, Kerode ne Pontio Pirato wamu nabamawanga nebika bya Isiraeri, bakole byona 28
omukonogwo nokutesakwo byebyalagira eda okubawo. Kale kakano, Mukama, laba okukanga 29
kwabwe, obawe abadubo bagume nyo okwogera 30
ekigambokyo, bwogolola omukonogwo owonye, nobubonero namagero bikolebwe mu linya lya Mulenziwo omutukuvu Isa.

Bwebamala okusaba, mu kifo webakung'anira 31
newakankana; bona nebajula Omwoyo Omutukuvu, nebogera ekigambo kya Katonda nobuvumu.

Nekibina kyabwe abakiriza balina omutima 32
gumu nememe emu; so tewali nomu eyayogera nti ekintu kyalina kye kikye yeka, naye byona byasibwa kimu. Namanyi mangi abatume nebo- 33
gera okutegeza kwabwe okwokuzukira kwa Mukama wafe Isa. Nekisa kingi nekibera kubo bona. Kubanga tewali mubo eyetaga; kubanga 34
bona abalina ensuku oba enyumba bazitunda nebaleta omuwendo gwazo ezatundibwa, nebaguteka ku bigere byabatume: nebagabira buli mu- 35
ntu nga bweyetaga.

Ne Yusufu abatume gwebaita Balanaba [oku- 36
tegezebwa kwalyo nti Mwana wa sanyu] Omulevi, eyazalirwa Ekupulo, bweyalina enimiro, na- 37
tunda naleta efeza nagiteka ku bigere byabatume.

5.

Naye omuntu erinyalye Ananiya ne Safira 1
mukaziwe natunda ebibye, neyeterekerako ku 2

muwendo, mukaziwe naye ngamanyi, naletako
kitundu butundu nateka ku bigere byabatume.
3 Naye Petero nagamba nti Ananiya, Setani aku-
juli'za ki omutimagwo okulimba Omwoyo Omutu-
kuvu, neweterekerako ku muwendo gwenimiro?
4 Bweyali eyo, teyali yiyo? Era bweyamala oku-
tundibwa, teyali mu buinzabwo? Kiki ekikute-
seza mu mutima okukola bwoti? Tolimbye
5 bantu, naye Katonda. Ananiya bweyawulira
ebigambo ebyo, nagwa natondoka. Entisa
6 nyingi nebakwata bona abawulira ebyo. Aba-
lenzi nebaimuka nebamuzinga, nebamutwala
nebamuzika.
7 Awo olwatuka esawa satu wali waisewo mu-
kaziwe naye naingira nga tamanyi bwebibade.
8 Petero namudamu nti Mbulira, mwatunda eni-
miro omuwendo bweguti? Nagamba nti Wewa-
9 wo, bweguti. Naye Petero namugamba nti Kiki
ekibatabaganyiza okukema Omwoyo gwa Muka-
ma? Laba, ebigere byabwe abamuzise balo biri
10 ku lugi, banakutwala nawe. Amangwago nagwa
ku bigerebye, natondoka: abalenzi bwebaingira
nebamusanga ngafude, nebamutwala nebamuzika
11 wamu ne bawe. Entisa nyingi nekwata ekaniss
yona ne bona abawulira ebyo.
12 Obubonero nebyamagero bingi nebikolebwa
nemikono gyabatume mu bantu; bona bali mu
13 kisasi kya Sulemani nomwoyo gumu. So naba-
lala tewali nomu eyayang'anga okwegata nabo;
14 naye abantu nebabagulumizanga; abakiriza
nebeyongera okwegata ne Mukama wafe, bangi
15 abasaja nabakazi; nokuleta nebaletanga mu
makubo abalwade nebabatekanga ku mikeka ne
ku bitanda, Petero bwanaja nekisikirizekye ki-
16 batukeko abamu. Era ebibina nebikung'ana

nga biva mu bibuga ebiriranye ne Yerusalemi, nga baleta abalwade nabali babonyabonyezebwa emizimu emibi; nebawonyezebwa bona.

Naye naimuka kabona omukulu ne bona abali naye [kye kitundu Ekyabasadukayo], nebajula obugya, nebabasako emikono abatume, nebabateka mu komera lyabantu bona. Naye malaika wa Mukama ekiro nagulawo enzigi ezekomera, nabafulumya, nagamba nti Mugende, muimirire, mubulire mu yekalu abantu ebigambo byona ebyobulamu buno. Bwebawulira nebaingira mu yekalu mu matulutulu, nebaigiriza. Naye kabona omukulu naja nabali naye, naita olukiko nabakade bona ababana ba Isiraeri, natuma mu komera obubaleta. Naye abami abagenda tebabasanga mu komera, nebakomawo, nebogera nga bagamba nti Ekomera tusanze nga lisibidwa bulungi dala nabakumi nga baimiride ku nzigi; naye bwetugudewo, tetusanzemu muntu. Bwebawulira ebigambo ebyo omukulu weyekalu ne bakabona abakulu, nebabusabusa ebigambo byabwe bwekinaba ekyo. Omuntu naja nababulira nti Laba, abantu bali bemwatese mu komera bali mu yekalu baimiride nga baigiriza abantu. Awo omukulu nabami nebagenda nebabaleta, si lwa manyi, kubanga bali batya abantu baleme okubakuba amainja. Nebabaleta nebabateka mu maso golukiko. Kabona omukulu nababuza ngagamba nti Okulagira twabalagira obutaigirizanga mu linya eryo: era, laba, mujuziza Eyerusalemi okuigiriza kwamwe, nemwagala okuleta kufe omusai gwomuntu oyo. Naye Petero nabatume nebadamu nebagamba nti Kigwana okuwulira Katonda okusinga abantu. Katonda wa bajaja bafe yazukiza Isa

17 18 19 20 21 22 23 24 25 26 27 28 29 30

gwemwa'ta mwe bwemwamuwanika ku muti.
31 Oyo Katonda yamulinyisa ku mukonogwe
ogwadyo (okubera) omukulu era omulokozi,
okuwayo eri Isiraeri okwenenya nokugyibwako
32 ebibi: nafe fe bajulirwa bebigambo ebyo, era
Nomwoyo Omutukuvu Katonda gweyabawa
abamugondera.
33 Naye bo bwebawulira nebalumwa nyo, nebaga-
34 la okuba'ta. Naye omuntu naimirira mu lukiko,
Omufalisayo, erinyalye Gamalyeri, omuigiriza
wamateka, alina ekitibwa mu bantu bona, nala-
gira bateke abasaja ebweru kasera katono:
35 nabagamba nti Abasaja ,Abaisiraeri, mwekume
36 eri abantu bano bwemugenda okukola. Ku-
banga eda mu biro ebyaita Syuda yagolokoka
ngagamba nti ye muntu (omukulu), abantu nga
bikumi bina nebegata naye: natibwa, bona aba-
37 muwulira nebasasana, newataba kigambo. Olu-
vanyumalwe nagolokoka Yuda Omugaliraya mu
naku ezokuwandikibwa, natwala ekibina oku-
mugoberera: noyo nabula, bona abamuwulira
38 nebasasana. Ne kakano mbagamba nti Mube-
balame abantu bano, mubaleke: kubanga oku-
tesa kuno nomulimu guno obanga bivude mu
39 bantu, birizikirira; naye obanga bivude mu
Katonda, temuinza kubizikiriza; muleme oku-
40 labika ngabalwana ne Katonda. Nebamuwu-
lira: nebaita abatume, nebabakuba, nebalagira
obutayogeranga mu linya lya Isa, nebabata.
41 Awo nebava mu maso golukiko nga basanyuka
kubanga basanyizibwa okukwatibwa ensonyi
42 Olwerinya. Buli lunaku mu yekalu ne mu
nyumba eka tebayosanga kuigiriza nokubulira
Isa nga ye Masiya.

6.

Awo mu naku ezo, abaigirizwa bwebeyongera 1
obungi, newabawo okwemulugunya mu Bakere-
nisiti ku Beberaniya, kubanga banamwandu ba-
bwe babafi'sanga mu kuwereza okwa bulijo.
Ekumi nababiri nebaita ekibina kyabaigirizwa, 2
nebagamba nti Tekiwoma fe okuleka ekigambo
kya Katonda okuwereza ku meza. Kale, abolu- 3
ganda, mulonde abantu mumwe abasimibwa
musanvu, abajude Omwoyo Omutukuvu nama-
gezi, betunateka ku mulimu guno; naye fe tu- 4
nanyikiranga mu kusaba nokuwereza ekigambo.
Ekigambo ekyo nekisimibwa mu maso gekibina 5
kyona; nebalonda Sitefano, omuntu eyajula
okukiriza Nomwoyo Omutukuvu, ne Firipo, ne
Polokolo, ne Nikanola, ne Timoni, ne Pa'mena,
ne Nikolao, omukyufu Oweantiokiya; nebabate- 6
ka mu maso gabatume; nebasaba, nebabasako
emikono.
Ekigambo kya Katonda nekibuna; omuwe- 7
ndo gwabaigirizwa mu Yerusalemi negweyonge-
rako nyo; ekibina kinene kya bakabona neba-
gondera okukiriza.
Sitefano bweyajula ekisa namanyi nakola 8
amagero nobubonero obunene mu bantu. Naye 9
nebaimuka abantu abamu abekung'aniro eriiti-
bwa Eryabalibe'tino, Neryabakulene Neryaba-
legezanderiya Neryabakirikiya Neryabasiya, nga
bawakana ne Sitefano: so tebainza kusobola 10
magezi Nomwoyo byeyayogeza. Awo nebawe- 11
rera abantu abagamba nti Twamuwulira oyo
ngayogera ebigambo ebyokuvuma Musa ne Ka-
tonda. Nebakubiriza abantu, nabakade naba- 12

wandisi, nebaja gyali, nebamukwata, neba-
13 mutwala mu lukiko, nebaimiriza abajulirwa
abobulimba abagamba nti Omuntu oyo taleka
kwogera bigambo ku kifo kino ekitukuvu nama-
14 teka: kubanga twamuwulira ngagamba nti Isa
Omunazalesi oyo alizikiriza ekifo kino, aliwanyisa
15 nempisa zetwawebwa Musa. Bwebamwekaliriza amaso, bona abali batude mu lukiko nebamulaba amasoge nga gafanana ngaga malaika.

7.

1 KABONA omukulu nayogera nti Ebyo bwebiri
2 bwebityo? (Sitefano) nagamba nti Abasaja abo-
luganda era basebo, muwulire. Katonda owekitibwa yalabikira jaja wafe Ibulaimu ngali Eme-
3 sopotamiya, nga tanabera Kalani, namugamba nti
Va munsi ya'nyo ne mu kikakyo, ogende munsi
4 gyendikulaga. Awo nava munsi Yabakalidaya,
nabera mu Kalani: oluvanyuma kitawe bweya-
mala okufa, namugyayo namuleta munsi eno
5 mwemutude mwe kakano; so teyamuwa butaka
muno newakubade awalinyibwa ekigere: nasubiza okugimuwa okugirya, ye nezaderye oluvanyu-
6 malwe, nga tanaba na mwana. Katonda nayogera
bwati ngezaderye baliba bagenyi munsi yabalala;
balibafula abadu, balibakolera obubi emyaka bi-
7 kumi bina. Negwanga eriribafula abadu nze
ndisala omusango gwalyo, bweyayogera Katonda:
noluvanyuma balivayo balinsinziza mu kifo kino.
8 Namuwa endagano eyokukomola: awo Ibulaimu
nazala Isaka, namukomolera ku lunaku olwomu-
nana: ne Isaka nazala Yakobo: ne Yakobo na-
9 zala bajaja abakulu ekumi nababiri. Bajaja abakulu bwebakwatirwa Yusufu obugya nebamutu-

nda mu Misiri. Katonda nabera naye, namulo- 10
kola mu nakuze zona, namuwa okuganja nama-
gezi mu maso ga Falao kabaka Wemisiri, namu-
fula omufuzi mu Misiri ne mu nyumbaye yona.
Enjala negwa kunsi yona Eyemisiri neya Kanani, 11
nenaku nyingi, so nebatalaba mere bajaja bafe.
Naye Yakobo bweyawulira ngemere enkalu eri 12
Misiri, natuma bajaja bafe omulundi ogwoluberye-
berye : nomulundi ogwokubiri Yusufu bagandabe 13
nebamutegera : ekika kya Yusufu nekimanyibwa
Falao. Yusufu natuma naita Yakobo kitawe ne 14
bagandabe bona, abantu nsanvu mu batano. Ya- 15
kobo na'ka mu Misiri, nafa, ye ne bajaja bafe ;
nebatwalibwa Esekemu ; nebazikibwa mu ntana 16
Ibulaimu gyeyagula omuwendo gwefeza nabana
ba Kamola mu Sekemu. Naye ngebiro ebyoku- 17
subiza bwebyali okumpi, Katonda kweyayatulira
Ibulaimu, abantu nebeyongera nebala mu Misiri,
ekutusa kabaka omulala lweyabawo ku Misiri 18
atamanya Yusufu. Oyo bweyabasalira amagezi 19
egwanga lyafe, nakola obubi bajaja bafe, ngaba-
suza abana babwe abawere baleme okubera aba-
lamu. Mu biro ebyo Musa nazalibwa, nabera 20
mulungi eri Katonda, nebamulisiza emyezi esatu
mu nyumba ya kitawe. Bweyasulibwa, muwa- 21
la wa Falao namutwala namulera ngomwanawe.
Musa naigirizibwa mu magezi gona Agemisiri ; 22
nabera wa manyi mu bigambobye ne mu biko-
lwabye. Naye obukulubwe bweyali alitera oku- 23
tusa emyaka amakumi ana, nalowoza mu muti-
magwe okulaba bagandabe, abana ba Isiraeri.
Bweyalaba omuntu akolwa obubi, namutasa, na- 24
muwolera egwanga omuntu eyali akolwa obubi,
nakuba Omumisiri. Nalowoza nti bagandabe 25
banategera nga Katonda agenda okubawa

obulokozi mu mikonogye: naye tebategera.
26 Nate ku lunaku olwokubiri nabasanga nga balwana, nagezako okubatabaganya, ngagamba nti Abasaja, mwe muli ba luganda: kiki ekibakoza
27 obubi mweka na mweka? Naye oli eyali akola mune obubi namusindika eri, ngagamba nti Ani
28 eyakufula gwe omukulu nomulamuzi kufe? Oyagala kunzita nze nga bwewa'ta Omumisiri jo?
29 Musa naduka olwekigambo ekyo, nabera mugenyi munsi ya Midiani, gyeyazalira abana ababiri abo-
30 bulenzi. Awo emyaka amakumi ana bwegyatuka, malaika wa Mukama namulabikira mu nimi zomuliro (nga gwaka) mu kisaka, bweyali mu lukola
31 ku lusozi Sinai. Musa bweyalaba neyewunya kyalabye. Bweyasembera okulaba, newaba-
32 wo edobozi lya Mukama nti Nze Katonda wa bajajabo, Katonda wa Ibulaimu, era owa Isaka, era owa Yakobo. Musa nakankana, so teyagu-
33 ma kutunulira. Mukama namugamba nti Sumulula engato eziri mu bigerebyo: kubanga mu
34 kifo wano woimiride ye nsi entukuvu. Okulaba ndabye okukolwa obubi abantu bange abali mu Misiri, nempulira okusinda kwabwe, nenzika okubawonya. Kale kakano jangu, nakutuma mu
35 Misiri. Oyo Musa gwebagana nga bagamba nti Ani eyakufula omukulu era omulamuzi? oyo Katonda gweyatuma okuba omukulu era omununuzi mu mukono gwa malaika eyamulabikira
36 mu kisaka. Oyo nabagyayo bweyamala okukola amagero nobubonero mu Misiri, ne mu Nyanja Emyufu, ne mu lukola emyaka amakumi ana.
37 Oyo ye Musa oli eyagamba abana ba Isiraeri nti Katonda alibaletera nabi aliva mu baganda
38 bamwe nga nze. Oyo ye yali mu kanisa mu lukola, wamu ne malaika eyayogera naye ku luso-

ri Sinai, era wamu ne bajaja bafe; eyawebwa
ebigambo ebyobulamu okutuwa fe: bajaja bafe 39
gwebatayagala kuwulira, naye bamusindika eri,
nebadayo Emisiri mu mitima gyabwe, nga baga- 40
mba Aloni nti Otukolere bakatonda abalitukulembera: kubanga Musa oyo, eyatugya munsi Yemisiri, tetumanyi kyabade. Nebakola enyana 41
mu naku ziri, ekifananyi nebakiretera sadaka, nebasanyukira emirimu gyemikono gyabwe. Naye Katonda nakyuka, nabawayo okusinza 42
egye eryomugulu; nga bwekyawandikibwa mu kitabo kya banabi nti

Mwampa nze ensolo eza'tibwanga ne sadaka
Emyaka amakumi ana mu lukola, enyumba ya Isiraeri?
Nemusitula ewema ya Moloka, 43
Nemunyenye ya Katonda Lefani,
Ebifananyi byemwakola okubisinza:
Nange ndibatwala enyuma Webabuloni.

Newema eyobujulizi yali ne bajaja bafe mu luko- 44
la, nga bweyalagira eyagamba Musa okugikola ngengeri gyeyalaba bweyali: bajaja bafe bweba- 45
giwebwa nebagireta wamu ne Yosuwa bwebalya amatwale gabamawanga, Katonda beyagoba mu maso ga bajaja bafe okutusa mu naku za Daudi;
eyasimibwa mu maso ga Katonda, nasaba oku- 46
munonyeza awokutula Katonda wa Yakobo. Na- 47
ye Sulemani namuzimbira enyumba. Naye ali 48
wagulu enyo tatula mu nyumba ezakolebwa nemikono; nga nabi bwayogera nti

Egulu ye ntebe yange, 49
Nensi ye ntebe yebigere byange:
Nyumba ki gyemulinzimbira? bwayogera Mukama:
Oba kifo ki mwendiwumulira?

50 Omukono gwange sigwe gwabikola ebyo byona?
51 Mwe abalina ensingo enkakanyavu, abatakomolebwa mu mitima ne mu matu, mwe muziiza bulijo Omwoyo Omutukuvu; nga bajaja bamwe,
52 namwe bwemutyo. Nabi ki gwebataiganya bajaja bamwe? Babata abasoka okubulira ebigambo ebyokujakwe Omutukirivu, gwemumaze okuwayo
53 kakano nokumuta; mwe abawebwa amateka nga bwegalagirwa bamalaika, so temwagakwata.
54 Awo bwebawulira ebyo nebalumwa mu mi-
55 tima gyabwe, nebamulumira obujigi. Naye bweyajula Omwoyo Omutukuvu, nakaliriza amaso mu gulu, nalaba ekitibwa kya Katonda, ne Isa ngaimiride ku mukono ogwadyo ogwa
56 Katonda; nagamba nti Laba, ntunulide egulu libikuse Nomwana womuntu ngaimiride ku mu-
57 kono ogwadyo ogwa Katonda. Nebalekana nedobozi dene, nebaziba amatu gabwe, nebamwe-
58 yiwako nomwoyo gumu, nebamusindikiriza ebweru wekibuga, nebamukuba amainja. Abajulirwa nebateka engoye zabwe ku bigere byo-
59 mulenzi, erinyalye Saulo. Nebamukuba amainja Sitefano bweyasaba nagamba nti Mukama
60 wange Isa, tola omwoyo gwange. Nafukamira nakaba nedobozi dene nti Mukama wange, tobabalira kibi kino. Bweyamala okwogera ebyo
8 neyebaka. Ne Saulo yasima oku'tibwakwe.

Newabawo ku lunaku olwo okuiganyizibwa kunene ku kanisa eyali mu Yerusalemi. Bona nebasasanira munsi Zebuyudaya Nesamaliya, wabula
2 abatume. Abantu abegendereza nebamuzika Si-
3 tefano, nebamukabira nyo. Naye Saulo nagirira ekanisa ekyejo kingi, ngaingira mu buli nju, ngawalula abasaja nabakazi nabateka mu komera.

Awo abo abasasana nebaita nga babulira ekigambo. Firipo naserengeta mu kibuga Ekyesamaliya, nababulira Masiya. Ebibina nebawulira nomwoyo gumu ebigambo Firipo byayogede, bwebawulira nebalaba amagero geyakola. Kubanga bangi kubo abaliko emizimu emibi, negibavako nga gikaba nedobozi dene: nebawona bangi abali balwade okukozimba nabalema. Esanyu lingi neriba mu kibuga omwo.

Naye waliwo omuntu omu, erinyalye Simoni, eyakolanga edogo eda mu kibuga omwo nawunikiriza egwanga Lyesamaliya, ngagamba nti ye mukulu; nebamuwulira bona okuva ku muto okutuka ku mukulu, nga bagamba nti Omuntu ono ge manyi ga Katonda agaitibwa amangi. Nebamuwulira, kubanga enaku nyingi yabawunikirizanga nokulogakwe. Naye bwebakiriza Firipo ngabulira enjiri eyobwakabaka bwa Katonda nerinya lya Isa Masiya, nebabatizibwa abasaja nabakazi. Era ne Simoni ye nyini nakiriza: bweyamala okubatizibwa nabera wamu ne Firipo; bweyalaba amagero nobubonero obunene obwakolebwa neyewunya.

Awo abatume abali mu Yerusalemi bwebawulira nga Esamaliya bakiri'za ekigambo kya Katonda, nebabatumira Petero ne Yokana. Nabo bwebatuka nebabasabira okuwebwa Omwoyo Omutukuvu: kubanga tanaba kubakako nomu kubo: naye babatizwa bubatizwa okuingira mu linya lya Mukama wafe Isa. Awo nebabasako emikono, nebawebwa Omwoyo Omutukuvu. Naye Simoni bweyalaba ngolwokusibwako emikono gyabatume bawebwa Omwoyo Omutukuvu, nabaletera efeza ngagamba nti Mumpe nange obuinza buno buli gwenasangako emikono

4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19

20 awebwenga Omwoyo Omutukuvu. Naye Petero
namugamba nti Efezayo ebule nawe, kubanga
olowoze'za okufuna ekirabo kya Katonda ne-
21 bintu. Tolina mugabo newakubade okugabana
mu kigambo kino: kubanga omutimagwo si mu-
22 golokofu mu maso ga Katonda. Kale wenenye
obubibwo obwo, osabe Mukama wafe, obanga
mpozi olisonyibwa ekirowozo ekyomumutima-
23 gwo. Kubanga nkulaba oli mu kalulwe akaka-
24 wa ne mu nvuba yobubi. Simoni nadamu naga-
mba nti Munsabire mwe eri Mukama ebigambo
ebyo byemwogede bireme okumbako nekimu.
25 Awo bwebamala okutegeza nokubulira eki-
gambo kya Mukama wafe, nebadayo Eyeru-
salemi, nebabulira enjiri mu byalo bingi Eby-
abasamaliya.
26 Naye malaika wa Mukama nagamba Firipo
ngayogera nti Golokoka, ogende obukika
obwadyo okutuka mu kubo eriserengeta okuva
mu Yerusalemi okutuka Egaza: ekubo eryo
27 lwe lukola. Nagolokoka nagenda: awo, laba,
omuntu Omwesiyopya, omulawe omukungu wa
Kandake kabaka omukazi Owabesiyopya, eyali
omuwanika webintubye byona, yali aze Eyeru-sa-
28 lemi okusinza, yali adayo natula mu galiye, naso-
29 ma nabi Isaya. Omwoyo namugamba Firipo nti
30 Sembera, wegate negali eyo. Nadukana Firipo
namuwulira ngasoma nabi Isaya, nagamba
31 nti Obitegede byosoma? Nagamba nti Nyinza
ntya, wabula nga waliwo anandagirira? Ne-
32 yegairira Firipo alinye atule naye. Mu kifo
awawandikibwa weyali asoma we wagamba nti

Yatwalibwa okutibwa ngendiga,
Era ngomwana wendiga mu maso gomusazi
webyoya bwesirika,

Bwekityo tayasama kamwake:
Mu kwetowazakwe omusangogwe gwagyibwa- 33
wo:
Ekikakye ani alikinyonyola?
Kubanga obulamubwe bugyibwa munsi.
Omulawe namudamu Firipo nagamba nti 34
Nkwegairide, nabi yayogera kwani ebigambo
bino? Bibye yeka oba bya muntu mulala?
Firipo nayasama akamwake nasokera ku kya- 35
wandikibwa kino namubulira Isa. Awo bwebali 36
batambula mu kubo nebatuka awali ama'zi;
omulawe nagamba nti Laba, ama'zi; kiki ekindo-
bera okubatizibwa? Firipo nagamba nti Oba- 37
nga okiriza nomutimagwo gwona, kirungi.
Nadamu nagamba nti Nzikiriza Isa Masiya
nga ye Mwana wa Katonda. Nalagira egali 38
okuimirira: nebaka bombi mu ma'zi, Firipo
nomulawe; namubatiza. Bwebava mu ma'zi, 39
Omwoyo gwa Mukama namutwala Firipo, omu-
lawe natamulaba nate: kubanga yagenda nga-
sanyuka. Naye Firipo yalabikira mu Azoto: 40
bweyaita nabulira mu bibuga byona okutuka
Ekaisaliya.

9.

Naye Saulo bweyali akyayogera ebigambo 1
ebyokukanga nebyokuta abaigirizwa ba Mu-
kama wafe, nagenda eri kabona omukulu, na- 2
musaba ebaluwa ezokugenda Edamasiko, eri
amakung'aniro, bwalirabayo abantu Abekubo,
obanga basaja oba bakazi, abasibe abalete
Eyerusalemi. Awo bweyali ngatambula, 3
nganatera okutuka Edamasiko, amangwago
omusana oguva mu gulu negumwakira oku-

4 mwetolola, nagwa wansi, nawulira edobozi nga
limugamba nti Saulo, Saulo, onjiganyiza ki?
5 Nagamba nti Ani gwe, Mukama wange? Ye
6 (nagamba) nti Nze Isa, gwoiganya gwe: naye
golokoka oingire mu kibuga; onobulirwa ebi-
7 kugwanide okukola. Naye abali batambula
naye nebaimirira nga basamaliride, kubanga ba-
8 wulide edobozi naye nebatalaba muntu. Saulo
nagolokoka wansi, amasoge bwegazibuka, natala-
ba kintu: nebamukwata ku mukono nebamuleta
9 Edamasiko. Namala enaku satu nga talaba, so-
nga talya, songa tanywa.
10 Yaliyo omuigirizwa mu Damasiko, erinyalye
Ananiya; Mukama wafe namugamba mu kwo-
11 lesebwa nti Ananiya. Namugamba nti Laba,
nze nzuno, Mukama wange. Mukama wafe
namugamba nti Golokoka ogende mu kubo
eriitibwa Egolokofu, obulirize mu nyumba ya
Yuda omuntu erinyalye Saulo, Owetaliso; ku-
12 banga, laba, asaba; era alabye omuntu, eri-
nyalye Ananiya, ngaingira, ngamusako emikono
13 azibule. Naye Ananiya nadamu nti Mukama
wange, omuntu oyo nawulira ebigambobye mu
bangi, obubi bweyakola abatukuvubo abali Eyeru-
14 salemi bwebuli obungi: ne wano alina obuinza
obuva eri bakabona abakulu okubasiba bona aba-
15 kusaba erinyalyo. Naye Mukama wafe namu-
gamba nti Genda; kubanga oyo kye kibya ekiro-
nde gyendi okutwala erinya lyange mu maso ga-
16 mawanga ne bakabaka nabana ba Isiraeri. Ku-
banga ndimulaga ebigambo bwebiri ebingi ebi-
mugwanide okubonyabonyezebwa olwerinya lya;
17 nge. Ananiya nagenda naingira mu nyumba-
nayogera bweyamusako emikono nti Owoluganda
Saulo, Mukama wafe antumye, Isa eyakulabikira

mu kubo lyewafulumamu, ozibule, ojuzibwe Omwoyo Omutukuvu. Amangwago nebigwa oku- 18
va ku masoge ngamagamba, nazibula, naimirira nabatizibwa : bweyatola emere nafuna amanyi. 19

Nabera nabaigirizwa abali mu Damasiko enaku nyingiko. Amangwago nabulira Isa mu 20
makung'aniro ngoyo ye Mwana wa Katonda. Bona abamuwulira nebewunya nebagamba nti 21
Siye wuno eyanyaganga mu Yerusalemi abasabanga erinya eryo? kye kyamuleta ne wano abasibe abatwale eri bakabona abakulu. Naye 22
Saulo neyeyongera okuba namanyi nabakwasa ensonyi Abayudaya abali batula Edamasiko, ngategereza dala nti oyo ye Masiya.

Awo bwewaitawo enaku nyingi, Abayudaya 23
nebatesa okumu'ta. Naye amagezi gabwe Saulo 24
nagamanya. Nebatega ne ku nzigi emisana nekiro okumu'ta. Naye abaigirizwabe nebamutwala 25
mu kiro nebamusenseza mu kisenge, nebamusiza mu kibo.

Bweyatuka Eyerusalemi nagezako okwegata 26
nabaigirizwa : nebamutya bona, nga tebanaba kukiriza nga ye muigirizwa. Naye Balanaba 27
namutwala namuleta eri abatume, nabanyonyola bweyalaba Mukama wafe mu kubo, era nti yayogera naye, ne bweyabulira nobugumu mu Damasiko mu linya lya Isa. Nabera wamu nabo 28
ngaingira ngafuluma mu Yerusalemi, ngabulira 29
nobugumu mu linya lya Mukama wafe : nayogera nawakana Nabakerenisiti : naye nabo nebagezako okumu'ta. Aboluganda bwebategera ne- 30
bamutwala Ekaisaliya, nebamusindika Etaliso.

Awo ekanisa eyali mu Buyudaya bwona ne 31
mu Galiraya ne mu Samaliya neba nemirembe, ngezimbibwa ; era ngetambula mu kutya Muka-

ma wafe ne mu sanyu Eryomwoyo Omutukuvu neyeyongera.

32 Awo olwatuka Petero bweyali ngaita wona wona, naserengeta eri abatukuvu abali batula
33 mu Luda: nasangayo omusaja erinyalye Ainea eyamala ku kitanda emyaka munana, kubanga
34 alwade okukozimba. Petero namugamba nti Ainea, Isa Masiya akuwonya: imirira, weyalire.
35 Amangwago naimirira. Bona abali batula mu Luda me mu Saloni nebamulaba nebakyukira Mukama wafe.

36 Awo waliwo mu Yopa omukazi omuigirizwa, erinyalye Tabisa [okutegezebwa kwalyo aitibwa Dolika]: omukazi oyo yali ajude ebikolwa ebi-
37 rungi nebintu byeyagabanga. Olwatuka mu naku ezo nalwala nafa: bwebamala okumunaza
38 nebamuteka mu kisenge ekya wagulu. Era kubanga Luda kyali kumpi ne Yopa, abaigirizwa bwebawulira nga Petero gyali, nebamutumira abantu babiri nga bamwegairira nti Tolwa, tuki-
39 rira gyetuli. Petero nagolokoka nagenda nabo. Bweyatuka nebamutwala mu kisenge ekya wagulu: ne banamwandu bona nebaimirira kumpi naye, nga bakaba nga bolesa ekanzu nebyambalo
40 Dolika byeyakolanga ngakyali nabo. Naye Petero nabafulumya bona nafukamira nasaba; nakyukira omulambo nagamba nti Tabisa, imirira. Nazibula amasoge; awo bweyalaba Petero, nago-
41 lokoka natula. Namuwa omukono namuimusa; awo bweyamala okuita abatukuvu ne banamwa-
42 ndu, namuleta nga mulamu. Nekitegerwa mu Yopa kyona; bangi nebamukiriza Mukama wafe.
43 Awo olwatuka nalwayo enaku nyingi mu Yopa mu nyumba ya Simoni omuwazi wamaliba.

10.

(Waliwo) omuntu mu Kaisaliya, erinyalye 1
Koloneryo, omwami wekitongole ekyaitibwanga
Ekitaliano, omwegendereza, atya Katonda awamu 2
nenyumbaye yona, eyagabanga ebintu ebingi
mu bantu, nasaba Katonda enaku zona. (Oyo) 3
nalaba mu kwolesebwa mu lwatu, nga mu sawa
eyomwenda eyomusana, malaika wa Katonda
ngamuingirira, ngamugamba nti Koloneryo.
Namwekaliriza amaso natya nagamba nti Kiki, 4
Mukama wange? Namugamba nti Okusaba-
kwo nokugabakwo birinye olwokujukiza mu
maso ga Katonda. Era kakano tuma abantu 5
Eyopa, oiteyo omuntu Simoni, erinyalye eryo-
kubiri Petero: oyo yakyazibwa omuntu Simoni, 6
omuwazi wamaliba, nenyumbaye eriranye ku
nyanja. Malaika eyayogera naye bweyagenda, 7
yaita abadube babiri abomunyumba ne serikale
omwegendereza mwabo abamuwereza bulijo:
bweyamala okubategeza ebigambo byona naba- 8
tuma Eyopa. Awo ku lunaku olwokubiri, bwe- 9
bali nga batambula abo, nga banatera oku-
tuka ku kibuga, Petero nalinya kunju wagulu
okusaba nga mu sawa eyomukaga. Nalumwa 10
enjala nayagala okulyako. Naye bwebali nga
bajula, omwoyogwe neguwanyisibwa; nalaba 11
egulu nga libikuse, ekintu nekimukira nga kifa-
nana esuka enene, ngekwatidwa ku birenge 12
bina okusibwa, nesibwa wansi: omwali ebisolo
byona ebirina amagulu ana, nebyekulula ebye-
nsi, nenyonyi ezomubanga. Edobozi nerija 13
eri ye nti Golokoka, Petero, osale olye. Naye 14
Petero nagamba nti Neda, Mukama wange;

kubanga siryanga kya muzizo newakubade ekibi.
15 Edobozi nate (nerija) gyali omulundi ogwokubiri nti Katonda byeyalongosa tobifulanga gwe
16 bya muzizo. Nekiba bwekityo emirundi esatu: amangwago ekintu nekitwalibwa mu gulu.
17 Awo Petero bweyabusabusa mundaye amakulu gokwolesebwa kwalabye bwegali, laba, abantu abatumibwa Koloneryo, bwebamala okubuza
18 enyumba ya Simoni, nebaimirira ku lugi, nebaita nebabuza nga Simoni, erinyalye eryokubiri
19 Petero, yakyazibwa omwo. Awo Petero bweyali alowoza okwolesebwa, Omwoyo namugamba nti
20 Laba, abantu basatu bakunonya. Naye golokoka, oke ogende nabo nga tobusabusa. kubanga
21 nze mbatumye. Petero naka eri abantu nagamba nti Laba, nze nzuno gwemunonya: kiki
22 ekibalese? Nebagamba nti Koloneryo omwami, omuntu omutukirivu, atya Katonda, eyasimibwa mu gwanga lyona Eryabayudaya, yalabulwa malaika omutukuvu okukutumira okuja mu nyu-
23 mbaye, awulire ebigambo ebiva mugwe. Awo nabaingiza nabaniriza.

Awo ku lunaku olwokubiri Petero nagolokoka nasitula wamu nabo, naboluganda abamu
24 abomu Yopa nebagenda naye. Awo ku lunaku olwokubiri nebaingira mu Kaisaliya. Koloneryo yali ngabalindirira ngakung'anyiza abekikakye
25 nabali mikwanogye enyo. Awo Petero bweyali anatera okuingira, Koloneryo namusisinkana,
26 namufukamirira ku bigere nasinza. Naye Petero namuimusa ngagamba nti Imirira; nange
27 ndi muntu buntu. Ngayogera naye naingira
28 nasanga bangi nga bakung'anye, nabagamba nti Mumanyi nga si kirungi omuntu Omuyudaya okwegata nowegwanga edala oba okuja gyali;

era Katonda yandaga neme okumuita omuntu
yena owomuzizo oba omubi. Kyenvude njija 29
nesigana bwenaitibwa. Kyenva mbuza nti
Kiki ekimpisiza? Awo Koloneryo nagamba nti 30
Lero lunaku lwa kuna nali nga nsaba, okutusa
mu sawa eno, okusaba okwesawa eyomwenda
mu nyumba yange; laba, omuntu naimirira mu
maso gange eyalina engoye ezimasamasa, naga- 31
mba nti Koloneryo, okusabakwo kwawulirwa,
okugabakwo nekujukirwa mu maso ga Katonda.
Kale tuma Eyopa, oite Simoni, erinyalye eryo- 32
kubiri Petero: oyo yakyazibwa mu nyumba ya
Simoni omuwazi wamaliba eri okumpi nenyanja.
Awo amangwago nenkutumira: nokola bulungi 33
bwoze. Kale kakano tuli wano feña mu maso
ga Katonda tuwulire byona byolagidwa Mukama.
Awo Petero nayasamya akamwake nagamba nti 34
Mazima ntegede nga Katonda tasosola mu
bantu: naye mu gwanga lyona lyona amutya 35
nakola obutukirivu amukiriza. Ekigambo kye- 36
yatumira abana ba Isiraeri, ngabulira emirembe
mu Isa Masiya [ye Mukama webintu byona]— 37
mwe mukimanyi, ekyayogerwa ekyali mu Bu-
yudaya bwona, ekyasokera mu Galiraya oluva-
nyuma lwokubatiza kweyabulira Yokana, Isa 38
Omunazalesi Katonda bweyamufukako amafuta
Nomwoyo Omutukuvu namanyi: eyatambula-
nga ngakola bulungi, ngabawonya bona abajo-
gebwa Setani; kubanga Katonda yali naye.
Nafe tuli bajulirwa bebigambo byona byeyakola 39
munsi Yabayudaya ne mu Yerusalemi; oyo
nebamuta bwebamuwanika ku muti. Oyo 40
Katonda namuzukiza ku lunaku olwokusatu
namulaga mu lwatu, si mu bantu bona naye mu 41
bajulirwa Katonda beyalonda oluberyeberye,

ye fe abalya netunywa naye bweyamala okuzu-
12 kira mu bafu. Natulagira okubulira abantu nokutegeza ngoyo Katonda gweyalagira (okubera) omusazi womusango wabalamu nabafu.
13 Oyo banabi bona bamutegeza nga buli amukiriza agyibwako ebibi olwerinyalye.
14 Awo Petero bweyali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu nabagwako bona
15 abawulira ekigambo. Nebasamalirira abakiriza abakomole, bona abaja ne Petero, kubanga ne ku mawanga ekirabo Ekyomwoyo Omutukuvu
16 kifukidwa. Kubanga babawulira nga bogera
17 enimi nebagulumiza Katonda. Awo Petero nadamu nti Omuntu ainza okugana ama'zi bano obutabatizibwa, bano abaweredwa Omwoyo Omu-
18 tukuvu nga fe? Nalagira babatizibwe okuingira mu linya lya Isa Masiya. Oluvanyuma nebamwegairira okulwayo enaku nyingiko.

11.

1 Abatume naboluganda abali mu Buyudaya nebawulira ngamawanga nabo bakiri'za eki-
2 gambo kya Katonda. Awo Petero bweyayambuka Eyerusalemi, bali abakomole nebawakana
3 naye nga bagamba nti Wagenda mu bantu
4 abatali bakomole nolya nabo. Naye Petero
5 natanula nabanyonyola kina kimu ngagamba nti Nze nali mu kibuga Yopa nga nsaba; omwoyo gwange neguwanyisibwa, nendaba mu kwolesebwa ekintu nga kika ngesuka enene, nga kikwatidwa ku birenge bina okusibwa mu gulu, neki-
6 njijira: bwenekaliriza amaso nendowoza nendaba ebisolo byokunsi ebirina amagulu ana nebisolo ebyomunsiko, nebyekulula nenyonyi ezomuba-

nga. Era nempulira edobozi nga ling'amba nti 7
Petero, imirira osale olye. Naye neng'amba nti 8
Neda, Mukama wange; kubanga ekintu ekyo-
muzizo newakubade ekibi tekiingiranga mu ka-
mwa kange na katono. Naye edobozi nerinzi- 9
ramu omulundi ogwokubiri mu gulu nti Katonda
byeyalongosa tobifulanga gwe bya muzizo.
Nekiba bwekityo emirundi esatu; byona ne- 10
birinyisibwa nate mu gulu. Awo, laba, ama- 11
ngwago abantu basatu bali nga baimiride mu
maso genyumba mwetwali, abatumibwa gyendi
okuva Ekaisaliya. Omwoyo nang'amba okugenda 12
nabo, obutayawula. Bano aboluganda omukaga
nebagenda nange, netuingira mu nyumba yoli;
natubulira bweyalaba malaika mu nyumbaye 13
ngaimiride ngagamba nti Tuma Eyopa oite
Simoni erinyalye eryokubiri Petero; alikubulira 14
ebigambo ebirikulokola gwe nenyumbayo yona.
Bwenali kyenjije ntanule okwogera, Omwoyo 15
Omutukuvu nabagwako era nga bweyasokera
kufe. Nenjijukira ekigambo kya Mukama 16
wafe bweyayogera nti Yokana yabatiza nama'zi,
naye mwe mulibatizwa mu Mwoyo Omutukuvu.
Kale Katonda obanga abawade ekirabo ekyo 17
nga fe okwenkanankana, bwetwamukiriza Muka-
ma wafe Isa Masiya, nze nali ani eyainziza
okuziiza Katonda? Bwebawulira ebyo nebasi- 18
rika, nebagulumiza Katonda nga bagamba nti
Kale Katonda abawade nabamawanga okwenenya
okutuka ku bulamu.

Nabo abasasana mu kuiganyizibwa okwaliwo 19
ku Sitefano nebatambula okutuka Efoiniki ne
Kupulo ne Antiokiya, nebatabulira kigambo
muntu wabula Abayudaya boka. Naye waliwo 20
abantu mubo Abekupulo Nabekulene, abo bwe-

batuka mu Antiokiya nebogera Nabayonani
21 nabo, nga babulira Mukama wafe Isa. Nomukono gwa Mukama wafe gwali nabo: ekibina
kinene ekyabakiriza nebamukyukira Mukama
22 wafe. Ekigambo ekyo nekiwulirwa okutuka mu matu gekanisa eyali mu Yerusalemi; nebatuma Balanaba okutuka mu Antiokiya:
23 naye bweyamala okutuka nalaba ekisa kya Katonda nasanyuka, nababulirira bona nti Mumalirire mu mutima okwekwata ku Mukama
24 wafe: kubanga yali muntu mulungi, najula Omwoyo Omutukuvu nokukiriza. Ekibina
25 kinene nekiretebwa eri Mukama wafe. Navayo
26 okugenda Etaliso okunonya Saulo: bweyamala okumulaba namuleta mu Antiokiya. Awo olwatuka nebamala mwaka mulamba nga bakung'ana nekanisa nebaigiriza ekibina kinene: abaigirizwa nebasoka okuitibwa Abamasiya mu Antiokiya.
27 Mu naku ezo banabi nebava Eyerusalemi oku-
28 tuka Antiokiya. Naimirirao mu kubo, erinyalye Agabo, nabulira Kubwomwoyo nti Waliba enjala nyingi munsi zona: nayo yabawo ku mirembe
29 gya Kulaudio. Abaigirizwa, buli muntu nga bweyalina ebintu, nebatesa okuwereza abo-
30 luganda abali batula Ebuyudaya: nokukola nebakola bwebatyo nebawereza abakade mu mukono gwa Balanaba ne Saulo.

12.

1 Mu biro ebyo kabaka Kerode nagolola emi-
2 kono okukòla obubi abamu abomukanisa. Na'ta
3 nekitala Yakobo muganda wa Yokana. Awo bweyalaba nga Abayudaya bakisimye, neyeyongera okukwata ne Petero. Ze naku ezemigati
4 egitazimbulukuswa. Bweyamala okumukwata,

namu'sa mu komera, namuwayo eri baserikale
kumi na mukaga okumukuma kina bana, ngaya-
gala okumutwala mu maso gabantu Okuitako
nga kuwede. Awo Petero nakumirwa mu ko- 5
mera: naye abekanisa nebanyikiranga okumu-
sabira eri Katonda. Ku lunaku Kerode lweyali 6
ayagala okumutwalayo, mu kiro ekyo Petero
yali nga yebase wakati wa baserikale babiri,
ngasibidwa nenjegere biri, abakumi bali ku lugi
nga bakuma ekomera. Laba, malaika wa Mu- 7
kama naimirira wali, omusana negwaka mu
kisenge, nakuba Petero mu mbirizi namuzukusa
ngagamba nti Imuka mangu. Enjegere neziva
ku mikono nezigwa. Malaika namugamba nti 8
Wesibe, oyambale engatozo. Nakola bwatyo.
Namugamba nti Yambala ekyambalokyo, ongo-
berere. Nafuluma, namugoberera; so teyama- 9
nya nga bya mazima malaika byakoze, naye
yalowoza nti alabye okwolesebwa. Bwebaita 10
ku bakumi abasokerwako nabokubiri nebatuka
ku lugi olwekyuma oluitibwako okutuka mu
kibuga: nerubagukirawo lwoka: nebafuluma
nebaita mu kubo limu; amangwago malaika
namuleka. Petero bweyedamu nagamba nti 11
Kakano ntegede mazima nga Mukama wafe atu-
mye malaika nanziya mu mukono gwa Kerode
ne mu kusubira kwona okwegwanga Lya-
bayudaya. Bweyalowoza naja mu nyumba ya 12
Malyamu eyali nyina Yokana erinyalye eryoku-
biri Ma'ko, mwebali bakung'anide abangi nga
basaba. Petero bweyakona ku lugi olwomumu- 13
lyango omuzana naja okuitaba, erinyalye Loda.
Bweyategera edobozi lya Petero natagulawo lugi 14
olwesanyu, naye naingira mbiro nagamba nti
Petero aimiride ebweru ku lugi. Nebamugamba 15

nti Olaluse. Naye nakaliriza nti Wewawo. Nebagamba nti Ye malaikawe.

16 Naye Petero neyeyongera okukona: awo bwe-
17 bagulawo nebamulaba nebasamalirira. Naye bweyabawenya nomukono okusirika, nababulira Mukama wafe bwamugye mu komera. Nagamba nti Mubulire ebyo Yakobo naboluganda. 18 Navayo nagenda mu kifo awalala. Awo bwe-
bwakya enkya, baserikale nebegugumula nyo 19 nti Petero 'no abade ki? Kerode bweyamunonya natamulaba nababuliriza abakumi nalagira oku-ba'ta. Nava mu Buyudaya okugenda Ekaisaliya natula eyo.

20 Nabasunguwalira nyo Abetulo Nabesidoni: nebaja gyali nomwoyo gumu; bwebakwana ne Bulasito omukulu womunyumba ya kabaka, nebasaba okubawa emirembe, kubanga ensi yabwe 21 erisibwa bya munsi ya kabaka. Awo ku lunaku olwalaganyizibwa Kerode nayambala ebyambalo ebyobwakabaka, natula ku ntebe, nabagamba 22 ebigambo. Abantu bona nebogerera wagulu nti Eryo dobozi lya Katonda, si lya muntu.

23 Amangwago malaika wa Mukama namukuba, kubanga tawade Katonda kitibwa: nalibwa envunyu, nafa.

24 Naye ekigambo kya Katonda nekikula nekye-yongera.

25 Balanaba ne Saulo nebakomawo okuva Eyerusalemi, bwebamala okutukiriza okuwereza kwabwe, nebaleta Yokana erinyalye eryokubiri Ma'ko.

13.

1 Mu Antiokiya mu kanisa eyaliyo waliwo banabi nabaigiriza, Balanaba ne Sumeoni eyali

aitibwa Niga, ne Lukio Owekulene ne Manaeni eyayonsebwa awamu ne Kerode owesaza, ne Saulo. Nga bawereza Mukama wafe nokusiba, 2
Omwoyo Omutukuvu nagamba nti Munondere Balanaba ne Saulo bakole omulimu gwembaitide.
Awo nebasiba nebasaba nebabasako emikono ne- 3
babatuma.

Awo abo bwebatumibwa Omwoyo Omutuku- 4
vu nebaserengeta Eserukiya; nebavayo nebawanika amatanga okutuka Ekupulo. Bwebali mu 5
Salamini nebabulira ekigambo kya Katonda mu makunganiro Gabayudaya: nebabera ne Yokana okubawereza. Bwebaita ku kizinga kyona oku- 6
tuka Epafo, nebalaba omuntu omulogo, nabi owobulimba, Omuyudaya, erinyalye Balisa;
eyali awamu nowesaza Omulumi Seregio Paulo, 7
omuntu owamagezi. Oyo naita Balanaba ne Saulo, nayagala okuwulira ekigambo kya Katonda. Naye Eruma omulogo [kubanga lye linya- 8
lye bweritegezebwa] nawakana nabo, nga-
yagala okukyamya owesaza mu kukiriza. Naye 9
Saulo, era ye Paulo, bweyajula Omwoyo Omutukuvu, bweyamwekaliriza amaso, nagamba nti 10
Gwajude obukusa bwona nokukola obubi kwona, omwana wa Setani, omulabe wobutukirivu bwona, tolireka kukyamya makubo ga Mukama wafe amagolokofu? Kakano, laba, omukono gwa 11
Mukama wafe guli kugwe, onoba muzibe wamaso nga tolaba njuba ebiro bingiko. Amangwago ekifu nekimugwako, nenzikiza; nawamanta nanonya abantu abokumukwata ku mukono. Awo owesaza bweyalaba bwekibade naki- 12
riza nga yewunya nyo okuigiriza kwa Mukama wafe.

Awo Paulo ne bane nabawanika amatanga 13

okuva mu Pafo, nebatuka Eperega Ekyepanfuliya: Yokana nabalekayo nadayo Eyerusalemi.
14 Naye bo bwebaita okuva mu Perega, nebatuka
mu Antiokiya Ekyepisidiya, nebaingira mu ku-
15 ng'aniro ku lunaku lwa sabiti nebatula. Bweba-
mala okusoma amateka nebya banabi, abakulu
bekung'aniro nebabatumira nga bagamba nti Aba-
saja aboluganda, oba mulina ekigambo ekyoku-
16 bulirira abantu, mwogere. Paulo naimirira na-
bawenya nomukono nagamba nti

Abasaja Abaisiraeri, namwe abatya Katonda,
17 muwulire. Katonda wabantu bano Abaisiraeri ya-
londa bajaja bafe, nabagulumiza abantu bwebali
abagenyi munsi Yemisiri. nabagyayo nomukono
18 ogwagulumizibwa. Nabagumikiriza mu lukola
19 emyaka ngamakumi ana. Bweyazikiriza ama-
wanga omusanvu munsi ya Kanani, nabawa
ensi yabwe okuba obutaka okutusa emyaka ebi-
20 kumi bina mwatano. Oluvanyuma lwegyo na-
bawa abalamuzi okutuka ku nabi Samuiri.
21 Oluvanyuma nebagala kabaka; Katonda naba-
wa Saulo omwana wa Kisi wa mu kika kya
Benyamini, namala emyaka amakumi ana.
22 Bweyamugyawo oyo, nabaimiririza Daudi okuba
kabaka wabwe, gweyayogerako ngamutegeza nti
Ndabye Daudi, omwana wa Yese, omuntu ali
ngomutima gwange bwegwagala, alikola byenja-
23 gala byona. Oyo mu zaderye nga Katonda
bweyasubiza, aletede Isiraeri Omulokozi Isa,
24 Yokana bweyasoka okubulira nga tanaba kuja
okubatizibwa okwokwenenya eri abantu bona
25 Abaisiraeri. Naye Yokana bweyali anatera
okukomya olugendolwe, nagamba nti Muñdo-
woza kuba ani? Nze siri (ye). Naye laba,
waliwo aja enyuma wange, gwesisanira ku-

sumulula ngato ya mu kigerekye. Aboluganda, abana bekika kya Ibulaimu, namwe mwena abatya Katonda, ekigambo ekyobulokozi buno kyawerezebwa wafe. Kubanga abatula mu Yerusalemi nabakulu babwe bwebatamumanya oyo newakubade amalobozi ga banabi agasomebwa buli sabiti, kyebava babitukiriza bwebamusalira omusango. Bwebatalaba nsonga ya kumuta, nebasaba Pirato okumu'ta. Awo bwebamala okubitukiriza byona ebyamuwandikirwa nebamuwanula ku muti nebamuteka mu ntana. Naye Katonda namuzukiza mu bafu: nabalabikira enaku nyingi abayambuka naye okuva Egaliraya okutuka Eyerusalemi, be bajulirwabe kakano eri abantu. Fe tubabulira ebigambo ebirungi, ebyokusubiza okwasubizibwa bajaja nti Katonda akutukiri'za eri abana bafe bweyazukiza Isa; era nga bwekyawandikibwa mu Zabuli eyokubiri nti Gwe mwana wange, nkuzade lero. Era kubanga yamuzukiza mu bafu nga tagenda nate kudayo mu kuvunda, yagamba bwati nti Ndibawa (emikisa) emitukuvu era egyenkalakalira egya Daudi. Kubanga yayogera ne mu (Zabuli) endala nti Toliwayo Mutukuvuwo okuvunda. Kubanga Daudi bweyamala okuwereza mu birobye nga Katonda bweyatesa, neyebaka natekebwa eri bajajabe, navunda: naye oyo Katonda gweyazukiza teyavunda. Kale, abasaja abaganda, mutegere nti kubwoyo okugyibwako ebibi kubulidwa; byona byemutainzika kugyibwako mu mateka ga Musa, kubwoyo buli akiriza abigyibwako. Kale mwekume kireme okuja kumwe ekyayogerwa banabi nti

Laba, mwe abanyoma, mwewunye, mubule;
Kubanga nze nkola omulimu mu naku zamwe

26 27 28 29 30 31 32 33 34 35 36 37 38 39 40 41

Omulimu gwemutalikiriza newakubade omuntu ngagubabulide nyo.

42 Bwebafuluma nebabegairira okubabulira ebi-
43 gambo bino ku sabiti eyokubiri. Ekunganiro bweryasasana bangi ku Bayudaya nabakyufu abegendereza nebagoberera Paulo ne Balanaba: nabo nebogera nabo nebabasendanga okunyikirira mu kisa kya Katonda.

44 Awo ku sabiti eyokubiri nebakung'ana nga
45 kibuga kyona okuwulira ekigambo kya Katonda. Naye Abayudaya bwebalaba ebibina, nebajula obugya, nebawakanya ebyayogerwa Paulo, nga
46 babivuma. Paulo ne Balanaba nebogera nobuvumu nti Kyagwana okusoka okubulirwa ekigambo kya Katonda mumwe. Kubanga mukisindikiriza so temweraba kusanira bulamu obutagwawo, laba, tukyukira eri abamawanga.
47 Kubanga Mukama yatulagira bwati nti

Nkutesewo okuba omusana gwamawanga,
Obere obulokozi okutusa ku nkomerero yensi.

48 Abamawanga bwebawulira nebasanyuka nebagulumiza ekigambo kya Katonda: bona nebakiriza abali baterekedwa obulamu obutagwawo.
49 Ekigambo kya Mukama wafe nekibuna munsi
50 eri yona. Naye Abayudaya nebabawerera abakyala abegendereza abekitibwa, nabakulu abomukibuga, nebaiganyisa Bapaulo ne Balanaba,
51 nebabagoba mu nsalo zabwe. Naye nebabakunkumulira enfufu eyomubigere nebaja okutuka Ikonio. Abaigirizwa nebajula esanyu Nomwoyo Omutukuvu.

14.

1 Awo olwatuka mu Ikonio nebaingira wamu mu kunganiro Lyabayudaya, nebogera bweba-

tyo ekibina kinene nokukiriza nebakiriza, Abayudaya Nabayonani. Naye Abayudaya abatagonda nebawerera abamawanga nebafula ememe zabwe okuba embi eri aboluganda. Awo nebamala ebiro bingi nga babulira nobuvumu mu Mukama wafe, eyategeza ekigambo ekyekisakye, ngabawa obubonero namagero okukolebwa mu mikono gyabwe. Naye ekibina ekyomukibuga nekyawukanamu; abamu nebabera eri Abayudaya abamu eri abatume. Abamawanga Nabayudaya awamu nabakulu babwe bwebabalumba okubagirira ekyejo, okubakuba amainja, bwebategera nebadukira mu bibuga Ebyerukaoniya, Lusitula Nederebe nensi eriranyewo: nebabera eyo nga babulira enjiri.

Mu Lusitula (yaliyo) omuntu nga talina manyi mu bigere naberawo, mulema okuva mu lubuto lwa nyina nga tatambulangako na katono. Oyo nawulira Paulo ngayogera: naye namwekaliriza amaso nalaba ngalina okukiriza okulokoka, nayogera nedobozi dene nti Imirira ku bigerebyo, wegolole. Nabuka natambula. Ebibina bwebalaba Paulo kyakoze, nebaimusa amalobozi gabwe, nga bogera mu lulimi Olulukaoniya nti Bakatonda ba'se gyetuli nga bafanana abantu. Balanaba nebamuita Zeu; ne Paulo nebamuita Kereme, kubanga ye yasinga okwogera. Kabona wa Zeu, eyali mu maso gekibuga, naleta ente nengule ezebimuli okutuka ku lugi ngayagala okuwayo sadaka nebibina. Naye abatume Balanaba ne Paulo bewebawulira, nebayuza engoye zabwe nebafubutuka nebagenda mu kibina, nga bogerera wagulu nga bagamba nti Abasaja, kiki ekibakoza ebyo? Nafe tuli bantu abakwatibwa byona nga mwe,

era tubabulira ebigambo ebirungi muleke ebyo
ebitalimu mukyukire Katonda omulamu, eyakola
16 egulu nensi nenyanja nebintu byona ebirimu: mu
mirembe egyaita yaleka amawanga gona okuta-
17 mbulira mu makubo gago: naye teyemalayo nga
talina mujulirwa, kubanga yakolanga bulungi,
ngabatonyeseza enkuba mu gulu nebiro ebyoku-
baliramu emere, ngajuza emitima gyamwe emere
18 nesanyu. Bwebayogera ebyo, nebabaziiza ebi-
bina lwa mpaka obutabawa sadaka.
19 Naye Abayudaya nebava mu Antiokiya ne
Ikonio, nebawerera ebibina nebakuba amainja
Paulo, nebamuwalulira ebweru wekibuga, nga
20 balowoza nti afude. Naye abaigirizwa bweba-
mwetolola naimirira naingira mu kibuga: ku
lunaku olwokubiri nagenda ne Balanaba oku-
21 tuka Ederebe. Bwebamala okubulira enjiri mu
kibuga ekyo nokufula abaigirizwa abangi, neba-
komawo mu Lusitula ne Ikonio ne Antiokiya,
22 nga banyuweza ememe zabaigirizwa, nga baba-
bulirira okunyikira mu kukiriza, era nti mu (ku-
laba) enaku enyingi kitugwanide okuingira mu
23 bwakabaka bwa Katonda. Bwebamala okubalo-
ndera abakade mu buli kanisa nokusaba noku-
siba, nebabasigira Mukama wafe gwebakiriza.
24 Nebaita mu Pisidiya nebatuka Epanfuliya.
25 Bwebamala okubulira ekigambo mu Perega neba-
26 serengeta mu Ataliya; nebavayo nebawanika
amatanga okutuka Antiokiya; abayo be babasigi-
ra ekisa kya Katonda olwomulimu gwebatukiriza.
27 Bwebatuka nebakung'anya ekanisa, nebababulira
byona Katonda byeyakolera awamu nabo, era nti
yabagulirawo abamawanga olugi olwokukiriza.
28 Nebamalayo ebiro bingi wamu nabaigirizwa.

15.

Awo abantu nebava Ebuyudaya nebaigiriza 1
aboluganda nti Bwemutalikomolebwa ngempisa
ya Musa bweri, temuinza kulokoka. Bwewali 2
empaka enyingi nokubuzagana eri Bapaulo ne
Balanaba nabo, nebalagira Paulo ne Balanaba
nabalala kubo okugenda Eyerusalemi eri aba-
tume nabakade olwempaka ezo. Awo abo 3
bwebamala okusibirirwa abekanisa nebaita mu
Foiniki ne Samaliya, nga banyonyolera dala
okukyuka kwabamawanga: nebabasanyusa esa-
nyu lingi aboluganda bona. Bwebatuka Eyeru- 4
salemi, abekanisa nabatume nabakade nebaba-
sembeza, nebabulira byona byeyakolera awamu
nabo Katonda. Naye nebagolokoka abamu abo- 5
mukitundu Kyabafalisayo abakiriza, nga baga-
mba nti Kigwana okubakomola nokubalagira
okukwata amateka ga Musa.

Abatume nabakade nebakung'ana okulaba 6
ekigambo ekyo. Bwewali okubuzagana oku- 7
ngi, Petero naimirira nabagamba nti

Abasaja aboluganda, mwe mumanyi nti okuva
mu naku ezeda Katonda yalonda mumwe abama-
wanga bawulire mu kamwa kange ekigambo ekye-
njiri nebakiriza. Ne Katonda amanyi emitima 8
nabategeza bweyabawa Omwoyo Omutukuvu era
nga fe; natayawula fe nabo, bweyalongosa emi- 9
tima gyabwe mu kukiriza. Kale kakano muke- 10
mera ki Katonda, okuteka ekikoligo mu bulago
bwabaigirizwa bajaja bafe kyebatainza kutwala
newakubade fe? Naye tukiriza okulokolebwa 11
lwa kisa kya Mukama wafe Isa, era nga nabo
bwebatyo.

Ekibina kyona nebasirika; nebawulira Bala- 12

naba ne Paulo nga banyonyola obubonero na-
magero gona Katonda geyabakoza mu mawanga.
13 Abo bwebamala okusirika Yakobo nadamu nga-
gamba nti
14 Abasaja aboluganda, mumpulire. Simeoni
anyonyode Katonda bweyasoka okutunulira
15 amawanga okugyiramu erinyalye abantu. Ebi-
gambo bya banabi bitabagana nebyo nga bwe-
kyawandikibwa nti
16 Oluvanyuma lwebyo ndikyuka,
Ndizimba nate ewema ya Daudi eyagwa;
Okumenyeka kwayo ndikuzimba nate,
Era ndigigolokosa:
17 Abantu abasigalawo bamunonye Mukama,
Namawanga gona abaitibwa erinya lyange
kubo,
18 Bwayogera Mukama, ategeza ebyo byona
okuva ku luberyeberye lwensi.
19 Kyenva nsalawo tuleme okubateganya abavamu
20 mawanga okukyukira Katonda; naye tuba-
wandikire bewale obugwagwa bwebifananyi,
21 nobwenzi, nebitugidwa, nomusai. Kubanga
okuva eda Musa alina mu buli kibuga abamu-
bulira, ngasomebwa mu makung'aniro buli sabiti.
22 Awo nebakisima abatume nabakade wamu ne-
kanisa yona okulonda abantu mubo nokubatuma
Antiokiya ne Paulo ne Balanaba; Yuda aitibwa
Balasaba ne Sira, abantu abakulu mu boluga-
23 nda: nebawandika (nebagikwasa) mu mikono
gyabwe nti Abatume naboluganda abakade tu-
balamusi'za aboluganda abali mu Antiokiya ne
24 Busuli ne Kirikiya abali mu mawanga: kubanga
tuwulide nti abantu abava ewafe babasasamaza
nebigambo nga bakyusa ememe zamwe, betuta-
25 lagiranga; tusimye, bwetutabaganye nomwoyo

gumu, okulonda abantu okubatuma gyemuli
wamu nabagalwa bafe Balanaba ne Paulo, abantu 26
abasingawo obulamu bwabwe olwerinya lya Mukama wafe Isa Masiya. Kyetuvude tutuma 27
Yuda ne Sira era abalibabulira obumu be nyini nakamwa. Kubanga Omwoyo Omutukuvu ya- 28
sima nafe tuleme okubatika omugugu omunene gwona wabula bino ebigwana, okwewalanga 29
ebiwebwa eri ebifananyi, nomusai, nebitugidwa, nobwenzi: bwemunekumanga ebyo, muliba bulungi. Mweraba.

Awo bo bwebasindikibwa nebaja Antiokiya, 30
nebakung'anya ekibina nebabakwasa ebaluwa.
Bwebasoma nebasanyuka olwokubulirirwa okwo. 31
Yuda ne Sira, kubanga nabo bali banabi, 32
nebababulirira aboluganda mu bigambo bingi, nebabagumya. Bwebamalayo ebiro, nebasibu- 33
lwa aboluganda mu mirembe (okudayo) eri ababatuma. Naye Paulo ne Balanaba neba- 35
lwayo mu Antiokiya nga baigiriza era nga babulira ekigambo kya Mukama wafe wamu nabalala bangi era.

Enaku bwezaitawo Paulo nagamba Balanaba 36
nti Kale tudeyo tulambule aboluganda mu buli kibuga gyetwabulira ekigambo kya Mukama (wafe), bwebali. Balanaba era nayagala oku- 37
twala Yokana erinyalye eryokubiri Ma'ko: naye 38
Paulo teyasima kumutwala oyo eyabaleka mu Panfuliya natagenda nabo mu mulimu. Newa- 39
bawo empaka nyingi nokwawukana nebawukana, Balanaba natwala Ma'ko nawanika amatanga okugenda Ekupulo; naye Paulo nalonda Sira, 40
navayo, aboluganda bwebamusigira ekisa kya Mukama wafe. Naita mu Busuli ne Kirikiya 41
ngagumya ekanisa.

16.

1 Era natuka Ederebe ne Lusitula: laba, yaliyo
omuigirizwa erinyalye Timoseo, omwana womu-
kazi Omuyudaya eyakiriza; naye kitawe Mu-
2 yonani: eyasimibwa aboluganda abali mu Lusi-
3 tula ne Ikonio. Oyo Paulo nayagala okugenda
naye; namutwala namukomola Olwabayudaya
abali mu bifo ebyo: kubanga bona bamumanya
4 nga kitawe yali Muyonani. Bwebali nga baita
mu bibuga nebabawa okukwata ebyalagirwa aba-
5 tume nabakade abali mu Yerusalemi. Awo
ekanisa nezinyuwerera mu kukiriza, nezeyongera
ku muwendo buli lunaku.

6 Nebaita munsi Yefulugiya ne Galatiya, kuba-
nga baganibwa Omwoyo Omutukuvu okwogera
7 ekigambo mu Asiya; bwebatuka okumpi ne Mu-
siya, nebagezako okugenda mu Bisuniya, Nomwo-
8 yo gwa Isa teyabaganya; nebekolobya Musiya
9 nebatuka Eteroa. Paulo nalaba okwolesebwa ekiro, omuntu Omumakedoni ngaimiride era nga-
mwegairira ngagamba nti Wunguka okutuka
10 Emakedoni otubere. Bweyamala okulaba okwo-
lesebwa, amangwago netusala amagezi okusi-
tula okugenda Emakedoni, nga tutegera nti
Katonda atuise okubabulira enjiri.

11 Kyetwava tusabala okuva Eteroa netukwata
ekubo egolokofu okutuka Esamoserakiya, ku
12 lunaku olwokubiri netutuka Eneapoli; netuvayo
okutuka Efiripi, kye kibuga Ekyemakedoni
ekisokerwako mu njuwi ezo, ekyazimbibwa Aba-
lumi: netubera mu kibuga omwo netulwamu
13 enaku. Awo ku lunaku lwa sabiti netufuluma
mu muzigo gwekibuga okugenda ku muga bwe-

twalowoza nga yaliyo ekifo ekyokusabirangamu ;
netutula netwogera nabakazi abakung'ana. Awo 14
omukazi erinyalye Ludiya, omutunzi wengoye
ezefulungu, wa mu kibuga Suatira, eyasinzanga
Katonda, natuwulira : Mukama wafe namubi-
kula omutimagwe okuwuliriza Paulo byeyayo-
gera. Bweyabatizibwa ye nenyumbaye, na- 15
twegairira ngagamba nti Obanga munsimye
okuba omwesigwa eri Mukama wafe, muingire
mu nyumba yange mubere (omwo). Natuwa-
liriza.

Awo olwatuka bwetwali tugenda wali awasa- 16
birwanga omuwala eyaliko omuzimu ogulagula
natusanga, eyafunira bakamabe ebintu ebingi
mu kulagula. Oyo bweyagoberera Paulo nafe 17
nayogerera wagulu ngagamba nti Abantu bano
badu ba Katonda ali wagulu enyo, abababulira
ekubo eryobulokozi. Nakolanga bwatyo enaku 18
nyingi. Naye Paulo, bweyanakuwala enyo,
nakyuka nagamba omuzimu nti Nkulagira mu
linya lya Isa Masiya omuveko. Negumuvako
mu kisera ekyo.

Naye bakamabe bwebalaba ngesubi lyebintu 19
byabwe liwedewo, nebakwata Paulo ne Sira
nebabawalula okubatwala mu katale eri abakulu,
nebabatwala eri abasala emisango nebagamba 20
nti Abantu bano basasamaza nyo ekibuga kyafe,
kubanga Bayudaya, era baigiriza empisa ezo- 21
muzizo fe okuzikwata newakubade okuzikola
kubanga tuli Balumi Ekibina nekibagolo- 22
kokerako wamu : abasala emisango nebabayu-
liza engoye zabwe, nebalagira okubakuba emi-
go. Bwebabakuba emigo emingi nebabasindi- 23
kiriza mu komera, bwebalagira omukumi
okubakuma enyo. oyo bweyalagirwa bwatyo 24

nabasindikiriza mu komera eryomunda, naba-
25 komerera ebigere byabwe mu nvuba. Naye
ekiro mu tumbi Paulo ne Sira nebasaba neba-
26 muimbira Katonda, abasibe nebabawulira; ama-
ngwago newabawo ekikankano kinene nemisingi
gyekomera negikankana: amangwago enzigi
zona neziguka; nebyali bibasibye bona nebisu-
27 mulukuka. Omukumi wekomera nazukuka,
bweyalaba enzigi zekomera nga ziguse nasowola
ekitalakye nagenda okwe'ta, kubanga alowoza
28 nti abasibe babombye. Naye Paulo nayogerera
wagulu nedobozi dene ngagamba nti Tewekola
29 bubi: kubanga fena tuli wano. Nasaba etabaza
nadukana naingira, nabavunamira Paulo ne Sira,
30 ngakankana, nabafulumya ebweru nagamba nti
Basebo, kingwanide kukola ntya okulokolebwa?
31 Nebagamba nti Kiriza Mukama wafe Isa,
32 onolokoka gwe nenyumbayo. Nebamubulira
ekigambo kya Mukama wafe ne bona abali mu
33 nyumbaye. Nabatwala mu kisera ekyo ekiro
nabanaza emigo; nabatizibwa ye nenyumbaye
34 yona amangwago. Nabalinyisa mu nyumbaye,
nabaletera emeza, nasanyuka nyo nenyumbaye
yona ngakiri'za Katonda.

35 Naye bwebwakya enkya, abasala emisango
nebatuma baserikale babwe nga bagamba nti
36 Musumulule abantu abo. Omukumi wekomera
nabulira Paulo ebigambo ebyo nti Abasala emi-
sango batumye okubasumulula: kale kakano
37 mufulume, mugende nemirembe. Naye Paulo
nabagamba nti Batukubide mu maso gabantu
nga tetunasalirwa musango, nga tuli bantu Ba-
lumi, nebatusindikiriza mu komera; ne kakano
batugyamu kyama? Neda; naye baje be
38 nyini batufulumye. Baserikale nebabulira aba-

sala emisango ebigambo bino · nebatya bweba- 39
wulira nga Balumi: nebaja nebabegairira, neba-
bafulumya, nebagala bave mu kibuga. Neba- 40
faluma mu komera, nebaingira mu (nyumba ya)
Ludiya, nebalaba aboluganda nebabasanyusa
nebavayo.

17.

Nebaita mu Anfipoli ne Apoloniya nebatuka 1
Esesalonika eyali ekung'aniro Lyabayudaya:
awo Paulo nga bweyali empisaye naingira 2
mubo, mu sabiti satu nawakana nabo mu bya-
wandikibwa, ngabikula ngategeza nti Masiya 3
kyamugwanira okubonyabonyezebwa nokuzu-
kira mu bafu; era nti Oyo Isa nze gwemba-
bulira ye Masiya. Abamu kubo nebakiriza 4
nebegata ne Paulo ne Sira; Nabayonani abege-
ndereza ekibina kinene nabakyala abakulu si
batono. Naye Abayudaya bwebakwatibwa 5
obugya nebatwala abantu ababi abomubakopi
nebakung'anyisa abantu nebasasamaza eki-
buga. Nebazingiza enyumba ya Yasoni neba-
gala okubaleta mu maso gabantu. Bwebataba- 6
laba, nebawalula Yasoni naboluganda abamu
okubatwala mu maso gabakulu abomukibuga
nga bogerera wagulu nti Bano abavunika ensi
baze ne wano; ne Yasoni yabasembezeza. Bano 7
bona bajemera amateka ga Kaisali nga bagamba
nti Waliwo kabaka omulala, Isa. Nebasasamaza 8
ekibina nabakulu abomukibuga bwebawulira
ebyo. Bwebamala okumweyimiriza Yasoni na- 9
balala nebabaleka.

Amangwago aboluganda nebasindika kiro 10
Paulo ne Sira okugenda Eberoya: nabo bwe-

batuka eyo nebaingira mu kung'aniro Lyabayu-
11 daya. Naye bano bali balungi okusinga Abe-
sesalonika, kubanga bakiriza ekigambo nomwoyo
omwangu enyo, buli lunaku nga banonya mu
byawandikibwa obanga ebyo bwebiri bwebityo.
12 Abamu bangi kyebava bakiriza, era nabakazi
13 abakyala Abayonani nabasaja si batono. Naye
Abayudaya Abesesalonika bwebategera ngeki-
gambo kya Katonda kibulidwa Paulo era mu
Beroya, era nebajayo nebawerera ebibina neba-
14 basasamaza. Awo amangwago aboluganda ne-
basindika Paulo okugenda okutuka ku nyanja:
15 Sira ne Timoseo nebabera eyo. Naye abawere-
kera Paulo nebamuleta mu Asene, nebalagirwa
okugamba Sira ne Timoseo baje gyali nga
bwebainza amangu, nebagenda.
16 Naye Paulo bweyali mu Asene ngabalindirira,
omwoyogwe negumuluma bweyalaba ekibuga
17 nga kijude ebifananyi. Awo nawakana mu ku-
ng'aniro Nabayudaya nabali batya Katonda era
ne mu katale buli lunaku nabo abamusisinkana.
18 Awo abantu abamu abafirosofo, aba Epikulio na
Abasitoiko, nebamusisinkana. Abamu nebaga-
mba nti Ayagala kwogera ki abujabujana ono?
Abamu (nebagamba) nti Afanana ngabulira balu-
bale abagya: kubanga yali ngabulira Isa noku-
19 zukira. Nebamutwala nebamuleta ku Aleopago
nga bagamba nti Tunainza okutegera okuigiriza
20 kuno okugya kwoyogera bwekuli? Kubanga ole-
ta ebigambo ebigya mu matu gafe: kyetuva
twagala okutegera amakulu gebigambo bino.
21 [Abasene bona nabagenyi ababangayo tebakola-
nga kintu kirala wabula okwogera oba kuwulira
22 ekigambo ekigya.] Paulo naimirira wakati wa
Aleopago nagamba nti

Abasaja Abasene, mbalabye mu byona nga
mutya nyo balubale. Kubanga bwembade 23
mpita nentunulira byemusinza, era nensanga
ekyoto ekiwandikidwako nti Kya Katonda
atategerwa. Kale kyemusinza nga temukite-
gera nze kyembabulira. Katonda eyakola ensi 24
nebirimu byona, oyo kubanga ye Mukama
wegulu nensi taberà mu masabo agakolebwa ne-
mikono, so tawerezebwa mikono gya bantu, nge- 25
yetaga ekintu, kubanga oyo yabawa bona obu-
lamu nokusa omuka ne byona; yakola okuva 26
kwomu buli gwanga lya bantu okutula kunsi
enjuwi zona, bweyalagira nayawulamu ebiro ne-
nsalo ezokutula kwabwe; banonye Katonda mpo- 27
zi bawamante okumulaba, newakubade nga tali
wala wa buli omu kufe: kubanga mwoyo tuba 28
balamu, tutambula, tuberawo; era ngabamu abe-
wamwe abayiya bwebagamba nti Kubanga era tu-
li zaderye. Kale bwetuli ezade lya Katonda, teki- 29
tugwanira kulowoza nti Katonda afanana zabu
oba feza oba jinja, ebyolebwa mu bukabakaba
namagezi gabantu. Kale Katonda ebiro ebyo 30
ebyobutamanya teyabitunulira; naye kakano
alagira abantu bona abali wona wona okwenenya,
kubanga yatekawo olunaku lwagenda okusalira- 31
mu omusango ogwensonga ensi zona mu muntu
gweyayawulamu, bweyamala okubawa bona eki-
kirizisa bweyamuzukiza mu bafu.

Naye bwebawulira okuzukira kwabafu abamu 32
nebasekerera; abalala nebagamba nti Era tuliku-
wulira nate mu kigambo ekyo. Bwatyo Paulo 33
nabavamu wakati. Naye abasaja abamu nebe- 34
gata naye nebakiriza: mwabo Dionusio Omwa-
leopago, nomukazi erinyalye Damali, nabalala
wamu nabo.

18

1 Awo oluvanyuma lwebyo nava mu Asene na-
2 tuka Ekolinso. Nalaba omuntu Omuyudaya eri-
nyalye Akula, eyazalibwa mu Ponto, yali kyaja-
ve mu Italiya, ne mukaziwe Perisikira, kubanga
Kulaudio yali alagide Abayudaya bona okuva mu
3 Lumi: naja gyebali; era kubanga balina omuli-
mu gumu nabera nabo nebakola omulimu; ku-
banga omulimu gwabwe bali bakozi ba wema.
4 Nawakana mu kung'aniro buli sabiti, nabase-
5 ndasenda Abayudaya Nabayonani. Naye Sira
ne Timoseo bwebava Emakedoni, Paulo nawa-
lirizibwa ekigambo, ngategeza Abayudaya nga
6 Isa ye Masiya. Bwebamutangira nebavuma,
nakunkumula engoyeze nabagamba nti Omusai
gwamwe gubere ku mitwe gyamwe: nze ndi
mulongofu: okutanula kakano nagenda eri aba-
7 mawanga. Navayo, naingira mu nyumba yomu-
ntu erinyalye Tito Yusito, atya Katonda, enyu-
8 mbaye eriranye ekung'aniro. Era Kerisipo,
omukulu wekung'aniro, nakiriza Mukama wafe
nenyumbaye yona; Nabakolinso bangi bweba-
9 wulira nebakiriza nebabatizibwa. Mukama wafe
nagamba Paulo ekiro mu kwolesebwa nti Totya,
10 naye yogera, tosirika, kubanga nze ndi wamu
nawe, so tewali muntu anakulumba okukukola
obubi: kubanga nina abantu bangi mu kibuga
11 muno. Namalayo omwaka nemyezi mukaga nga-
igiriza ekigambo kya Katonda mubo.
12 Naye Galio bweyali nga ye wesaza Oweakaya,
Abayudaya nebalumba Paulo nomwoyo gumu
13 nebamuleta awazalirwa emisango, nga bagamba
nti Ono asendasenda abantu okusinza Katonda

ngamateka bwegataisa. Naye Paulo bweyali 14
agenda okwasama akamwake, Galio nagamba
Abayudaya nti Singa wabadewo okusobya oba
kwonona okubi, mwe Abayudaya, yandibade
ensonga nze okubagumikiriza mwe: naye oba- 15
nga waliwo okubuzagana okwebigambo namanya
namateka agali mumwe, mulabe mwe: nze saga-
la kusala musango gwebyo. Nabagoba awasali- 16
rwa emisango. Bona nebakwata So'sene omukulu 17
wekung'aniro nebamukubira awasalirwa emisa-
ngo. Era Galio teyafayo mu bigambo ebyo.

Paulo namalayo enaku nyingi endala nate, 18
nasibula aboluganda navayo nawanika amatanga
okugenda Ebusuli, era wamu naye Perisikira ne
Akula; bweyamala okumwa enviri mu Kenke-
rea; kubanga yerairira. Nebatuka mu Efeso, 19
bali nabaleka eyo; naye ye nyini naingira mu
kung'aniro nawakana Nabayudaya. Bwebamwa- 20
gala okweyongera okutula natakiriza; naye na- 21
lasibula nagamba nti Ndikomawo nate gyemuli
Katonda ngayagade, nawanika amatanga navayo
mu Efeso. Nagoba mu Kaisaliya, nalinya nala- 22
musa abekanisa, naserengeta okutuka Antiokiya.
Bweyamalayo ebiro si bingi navayo, naitira mu- 23
nsi Yegalatiya Nefulugiya, ngava kumu, ngagu-
mya abaigirizwa bona.

Awo omuntu Omuyudaya erinyalye Apolo 24
eyazalibwa mu Alegezanderiya, omuntu eyai-
girizibwa, oyo natuka mu Efeso, eyali omugezi
mu byawandikibwa. Oyo yali ngabulidwa 25
ekubo lya Mukama wafe, ngayaka mu mwoyo
nayogera naigiriza nyo ebigambo bya Isa, nga-
manyi okubatiza kwa Yokana kwoka: oyo na- 26
tanula okwogera nobugumu mu kung'aniro. Na-
ye Perisikira ne Akula bwebawulira nebamutwala

gyebali, nebongera okumutegereza dala ekubo
27 lya Katonda. Bweyayagala okuwunguka oku-
tuka Akaya, aboluganda nebamugumya neba-
wandikira abaigirizwa okumusembeza: bweya-
28 tuka nababera nyo abakiriza olwekisa: kubanga
yasinga Abayudaya namanyi amangi mu maso
gabantu, ngategeza mu byawandikibwa nga Isa
ye Masiya.

19.

1 Awo olwatuka Apolo bweyali Ekolinso, Paulo
bweyaitira mu njuwi eziri wagulu natuka mu
2 Efeso nasanga abaigirizwa abamu: nabagamba
nti Mwawebwa Omwoyo Omutukuvu bwemwaki-
riza? Nebamugamba nti Naye nokuwulira tetu-
wuliranga nti waliwo Omwoyo Omutukuvu.
3 Nagamba nti Kale mwabatizibwa okuingira mu
ki? Nebagamba nti Mu kubatizwa kwa Yoka-
4 na. Paulo nayogera nti Yokana yabatiza oku-
batiza okwokwenenya, ngagamba abantu bakiri-
5 ze agenda okuja enyumawe, ye Isa. Bwebawulira
nebabatizibwa okuingira mu linya lya Mukama
6 wafe Isa. Paulo bweyabasako emikono, Omwo-
yo Omutukuvu naja kubo, nebogera enimi neba-
7 lagula. Abantu bona bali nga kumi nababiri.
8 Naingira mu kung'aniro nayogera nobuvumu
emyezi esatu, ngawakana era ngasendasenda
olwebigambo ebyobwakabaka bwa Katonda.
9 Naye abamu bwebakakanyala nebatawulira, nga
bavuma Ekubo mu maso gekibina, nava gye-
bali, nayawula abaigirizwa, ngawakana buli lu-
10 naku mu kigango kya Tulano. Ebyo nebimala
emyaka ebiri, ne bona abali batula mu Asiya ne-
bawulira ekigambo kya Mukama wafe, Abayu-
11 daya Nabayonani. Katonda nakola ebyamage-

ro ebitalabwa buli lunaku mu mikono gya Paulo, nabalwade nebaleterwa ebiremba nengoye ezokumubirigwe, endwade nezibavako, emizimu emibi negibavako. Naye era abantu Abayudaya abataliko wabwe, abagoba emizimu, nebetulinkirira okwogera erinya lya Mukama wafe Isa kwabo abalina emizimu emibi, nga bagamba nti Mbalaiza Isa Paulo gwabulira. Awo waliwo abana musanvu aba Sikewa Omuyudaya kabona omukulu, abakola bwebatyo. Omuzimu omubi negudamu negubagamba nti Isa mutegera ne Paulo mumanyi; naye mwe bani? Omuntu eyaliko omuzimu omubi nababukira nabasinga bombi nabainza, nokuduka nebaduka okuva mu nyumba eri nga bali bwerere nga balina ebiwundu. Ekyo nekitegerwa bona Abayudaya Nabayonani abatula mu Efeso; entisa nebakwata bona, erinya lya Mukama wafe Isa nerigulumizibwa. Era bangi kubo abakiriza nebaja, nebātula nebategeza ebikolwa byabwe. Era bangi kubo abakolanga ebyobufumu nebakung'anya ebitabo byabwe, nebabyokera mu maso gabwe bona: nebabala omuwendo gwabyo nebalaba efeza obukumi butano. Bwekityo ekigambo kya Mukama wafe nekyeyongera mu manyi nekiwangula.

Ebyo bwebyagwa, Paulo nalowoza mu mwoyo okuitira mu Makedoni ne Akaya, nokugenda Eyerusalemi, ngagamba nti Bwendimala okubera eyo, era kingwanide okulaba ne Lumi. Natuma Emakedoni babiri kwabo abamuwerezanga, Timoseo ne Erasito, ye ye nyini nalwayo ebiro si bingi mu Asiya.

Mu kisera ekyo newabawo akacwano si katono Olwekubo. Kubanga omuntu erinyalye Demeterio, omuwesi wa feza eyakolanga obusa-

bo obwa feza obwa Atemi nabafunira abawesi
25 amagoba si matono ; nabakung'anya abo nabakolanga emirimu egyo, nagamba nti Abasaja, mumanyi nti omulimu ogwo obugaga bwafe mweb-
26 va ; mulaba era muwulira nga si mu Efeso mwoka naye nga mu Asiya yona Paulo oyo asenzesenze akyusiza ekibina kinene, ngagamba
27 nti Abakolebwa nemikono si bakatonda. Naye sife feka tulabye akabi omulimu gwafe okunyomebwa, era naye nesabo lya Atemi katonda omukulu omukazi okulowozebwa nga si kintu, noyo nokugyibwa nagyibwa mu kitibwakye, asi-
28 nzibwa Asiya yona nensi zona. Bwebawulira nebajula obusungu nebogerera wagulu nga baga-
29 mba nti Atemi Wabefeso mukulu. Ekibuga kyona nekijula okwetabula kuno ; nebafubutuka nomwoyo gumu okutuka mu teatero, bwebamala okukwata Gayo ne Alisitaliko, Abemakedoni, aba-
30 tambula ne Paulo. Paulo bweyayagala okuingi-
31 ra mu bantu, abaigirizwa nebatamukiriza. Era abakulu abamu aba Asiya, abali mikwanogye, nebamutumira nga bamwegairira aleme okwewayo
32 mu teatero. Abamu nebogerera wagulu bulala, nabalala bulala, kubanga ekibina kyali kyetabula, so nabalala bangi nebatategera nsonga ebakung'a-
33 nyiza. Nebamugyamu Alegezanda mu kibina, Abayudaya nga bamusindikiriza. Alegezanda nabawenya omukono nayagala okwenyonyola eri
34 abantu. Naye bwebamutegera nga Muyudaya, bona nebogerera wagulu nedobozi limu nga sawa
35 biri nti Atemi Wabefeso mukulu. Omuwandisi bweyasirisa ekibina, nagamba nti Abasaja Abefeso, muntu ki atategera ngekibuga Kyabefeso kye kikuma esabo lya Atemi omukulu ne (kifananyi)
36 ekyava eri Zeu. Kale kubanga ebyo tebye-

ganika, kibagwanide mwe okukakana nobutakola
kintu mu kwanguiriza. Kubanga mulese aba- 37
atu bano abatanyaze bya mu sabo songa tebavo-
de katonda wafe omukazi. Kale obanga Deme- 38
terio nabawesi abali naye balina ekigambo ku
muntu, enkiko weziri nabamasaza webali: balo-
pagane. Naye obanga munonya ebirala, binasa- 39
lirwa mu kung'aniro eribawo bulijo. Kubanga 40
tulabye akabi okutulopa olwokuyomba okwa
lero, kubanga tewali nsonga, gyetuliinza okuwo-
za olwokukung'ana kuno. Bweyayogera bwa- 41
tyo, nayabya ekibina.

20.

Akacwano bwekamala okukakana, Paulo 1
naita abaigirizwa nababulirira nabasibula, nava-
yo okugenda Emakedoni. Bweyaita mu njuwi 2
ziri nabategeza ebigambo bingi, natuka Ebuyo-
nani. Bweyamalayo emyezi esatu, era Abayu- 3
daya bwebamusalira olukwe, bweyali ngagenda
okuita mu nyanja okutuka Ebusuli, nalowoza
okudayo mu Makedoni. Nebagenda naye oku- 4
tuka mu Asiya Sopatera Omuberoya (mutabani)
wa Pulo; Nabasesalonika Alisitaliko ne Seku-
ndo; ne Gayo Omuderebe ne Timoseo; Naba-
siya Tukiko ne Tirofimo. Bano nebakulembera 5
nebatulindirira mu Teroa. Fe netuva mu Firipi 6
netuwanika amatanga oluvanyuma lwenaku eze-
migati egitazimbulukuswa, netubatukako mu
Teroa mu naku tano; gyetwamala enaku omu-
sanvu.

Awo ku lunaku olwoluberyeberye mu naku 7
omusanvu, bwetwakung'ana okumenya emigati,
Paulo nanyumya nabo, ngayagala okusitula

enkya, nalwawo mu kwogera okutusa etumbi.
8 Newabawo etabaza nyingi mu kisenge ekya wa-
9 gulu, mwetwakung'anira. Omulenzi erinyalye Yutuko natula mu kituli, nakwatibwa otulo tungi; awo Paulo bweyalwawo okunyumya enyo, ngakwatidwa otulo tungi nava munju eyo-
10 kusatu, nagwa, nalondebwa ngafude. Paulo naka namugwako namuwambatira nagamba nti Temukuba biwobe; obulamubwe mwebuli mu-
11 nda. Nalinya namenya omugati nalyako na-lwawo okwogera okutusa enkya, nalyoka
12 avayo. Nebamuleta omulenzi nga mulamu, nebasanyuka si katono.
13 Naye fe netukulembera okutuka ku malikebu netugenda okutuka Aso, nga twagala eyo okumusika Paulo: kubanga yali alagide bwatyo,
14 ngayagala ye nyini okuita ku lukalu. Bweyatusanga mu Aso netumusika, netuja Emitulene.
15 Netuwanika amatanga okuvayo ku lunaku olwokubiri netutuka mu maso ga Kio; ku lwokusatu netugoba ku Samo; ku lwokuna netutu-
16 ka mu Mireto. Kubanga Paulo yasima okuitira Efeso mu malikebu, aleme okulwa mu Asiya; kubanga yali ayanguya, obanga kiinzika okubera mu Yerusalemi ku lunaku lwa Pentekote.
17 Bweyali mu Mireto natuma mu Efeso naita aba-
18 kade bekanisa. Bwebatuka gyali nabagamba nti Mwe mumanyi okuva ku lunaku olwoluberyeberye bwenalinya mu Asiya, bwenali namwe
19 mu biro byona, nga mpereza Mukama wafe nobuwombefu bwona namaziga nokukemebwa
20 kwenalaba munkwe Zabayudaya: bwesekeka kubabulira kigambo kyona ekisana, nokubaigi-
21 riza mu maso gabantu ne mu buli nju, nga mbategeza Abayudaya era Nabayonani okwene-

nya eri Katonda nokukiriza Mukama wafe Isa Masiya. Kakano, laba, bwensibidwa mu mwo- 22
yo, ng'enda Eyerusalemi, nga simanyi byendi-
raba eyo, wabula nga Omwoyo Omutukuvu 23
antegeza mu buli kibuga ngagamba nti oku-
sibibwa nokubonyabonyezebwa binindiride. Na- 24
ye obulamu bwange sibulowoza nga kintu,
nga bwa muwendo gyendi, ndyoke ntukirize
olugendo lwange nokuwereza kwenawebwa
Mukama wafe Isa, okutegeza enjiri eyekisa
kya Katonda. Kakano, laba, nze manyi nga 25
temukyandaba maso gange mwe mwena benai-
tangamu nga mbulira obwakabaka. Kyenva 26
mbategeza lero nti nze ndi mulongofu mu mu-
sai gwa bona, kubanga sekeka kubabulira kute- 27
sa kwa Katonda kwona. Mwekume mwe mwe- 28
ka nekisibo kyona Omwoyo Omutukuvu mwe-
yabateka mwe okuba abalabirizi, okulunda
ekanisa ya Katonda gyeyegulira nomusaigwe
ye nyini. Nze manyi nga bwendimala okuva- 29
wo emisege emikambwe giriingira mumwe, tegi-
risasira kisibo; era mumwe mweka muliva 30
abantu nga bogera ebigambo ebikyamye, oku-
walula abaigirizwa enyuma wabwe. Kale mu- 31
tunule, mujukire nga saleka kulabula buli mu-
ntu namaziga mu myaka esatu emisana nekiro.
Era ne kakano mbasigira Katonda nekigambo 32
ekyekisakye ekiinza okuzimba nokugaba obusika
mwabo bona abatukuzibwa. Segombanga feza ya 33
muntu yena newakubade zabu newakubade ekya-
mbalo. Mwe mumanyi ngemikono gino gye gya- 34
kola byenetaga nabo abali nange. Mbalaze mu 35
byona bwekibagwanira okukola emirimu bwe-
batyo nokubera abatalina manyi, nokujukira ebi-
gambo bya Mukama wafe Isa bweyagamba ye

nyini nti Okugaba kwa mukisa okusinga okutola.
36 Bweyayogera bwatyo nafukamira nasabira wamu
37 nabo bona. Nebakaba nyo bona, nebamugwa
38 mu bulago Paulo nebamunywegera, nga banakuwala okusinga byona olwekigambo kyeyayogera nti tebakyamulaba masoge. Nebamuwerekerako okutuka ku malikebu.

21.

1 Awo olwatuka bwetwamala okwawukana nabo
netuvayo, netukwata ekubo egolokofu okutuka
Ekosi, ku lunaku olwokubiri netutuka Erodo,
2 netuvayo netutuka Epatala. Bwetwasanga
malikebu ngewunguka okugenda Efoiniki, netu-
3 sabala netugenda. Bwetwalengera Ekupulo,
netukireka ku mukono ogwa kono netugenda
Ebusuli, netugoba Etulo: kubanga eyo malikebu
4 gyeyagala okusikululira ebintu. Bwetwalabayo
abaigirizwa netumalayo enaku musanvu. Abo
nebagamba Paulo mu Mwoyo aleme okulinya
5 mu Yerusalemi. Awo bwetwamalayo enaku ezo
netuvayo netugenda; bona nebatuwerekerako
nabakazi nabana abato okutuka ebweru weki-
6 buga: netufukamira ku nyanja, netusaba; netusibulagana, netusabala mu malikebu, naye bo
nebadayo eka.
7 Nafe bwetwamala olugendo lwafe okuva
Etulo netutuka Epotolemai; netulamusa abolu-
8 ganda netumala nabo olunaku lumu. Ku lunaku olwokubiri netuvayo netutuka Ekaisaliya:
netuingira mu nyumba ya Firipo, omubulizi
wenjiri, omu ku bali omusanvu, netutula naye.
9 Naye oyo yalina abawala bana abatamanyi mu-
10 saja abalagulanga. Bwetwalwayo enaku nyingi,

Ebuyudaya nevayo omuntu nabi erinyalye Aga-
bo. Naja gyetuli nadira olukoba lwa Paulo ne- 11
yesiba amaguluge nemikonogye nagamba nti
Bwatyo bwayogera Omwoyo Omutukuvu nti
Bwebalimusiba bwebatyo Abayudaya mu Yeru-
salemi omuntu nanyini lukoba luno, balimuwa-
yo mu mikono gyabamawanga. Bwetwawulira 12
ebyo, fe era nabantu abomukifo kiri netumwe-
gairira aleme okulinya mu Yerusalemi. Awo 13
Paulo nalyoka adamu nti Mukola ki okukaba
nokumenya omutima gwange? Kubanga nze
setegese kusibibwa busibibwa era naye nokufira
mu Yerusalemi olwerinya lya Mukama wafe Isa.
Bweyalema okuwulira netulekayo nga tugamba 14
nti Mukama wafe kyayagala kikolebwe.

Awo oluvanyuma lwenaku ezo netusitula emi- 15
gugu netulinya Eyerusalemi. Era nabaigirizwa 16
abava Ekaisaliya nebagenda nafe, nebaleta omu-
ntu Minasoni Owekupulo omuigirizwa oweda,
agenda okutusuza.

Bwetwatuka mu Yerusalemi aboluganda ne- 17
batusembeza nesanyu. Ku lunaku olwokubiri 18
Paulo naingira wamu nafe omwa Yakobo; era
nabakade bona baliwo. Bweyamala okubalamu- 19
sa nababulira kina kimu Katonda byeyakola mu
mawanga mu kuwerezakwe. Nabo bwebawulira 20
nebagulumiza Katonda; nebamugamba nti
Olaba, owoluganda, obukumi bwebuli mu Bayu-
daya abantu abakiriza; nabo bona balina obu- 21
gya obwamateka: abo babulirwa ebigambobyo
nti gwoigiriza Abayudaya bona abali mu ma-
wanga okuleka Musa, ngogamba baleme okuko-
molanga abana abato newakubade okutambulira
mu mpisa. Kale kiki kino? Tebaleme kuwu- 22
lira ngoze. Kale kola bwetukugamba: tulina 23

24 abasaja bana aberairira ekirairo; obatwale abo
otukuzibwe wamu nabo, obawe efeza beniwe
emitwe: bona banategera ngebigambo byebabu-
lirwa kugwe tebirimu; naye nga nawe we nyini
25 wegendereza ngokwata amateka. Naye aba-
mawanga abakiriza twawandika netusala omu-
sango nti bekumenga mu bintu ebiwebwa eri
ebifananyi nomusai nebitugidwa nobwenzi.
26 Awo Paulo nalyoka atwala abantu, ku lunaku
olwokubiri natukuzibwa wamu nabo naingira
mu yekalu okulaga enaku ezokutukuza bwezi-
tuse, okutusa ekiwebwayo lwekyawebwayo olwa
buli omu kubo.
27 Awo enaku omusanvu bwezali zinatera oku-
tuka, Abayudaya abava mu Asiya nebamulaba
mu yekalu nebasasamaza ekibina kyona neba-
28 musako emikono, nga bogerera wagulu nti
Abasaja Abaisiraeri, mutubere: ono ye muntu
oli aigiriza bona buli kifo obubi ku bantu ne ku
mateka ne ku kifo kino: era nate alese Abayo-
nani mu yekalu, ayononye ekifo kino ekitukuvu.
29 Kubanga bali bamaze okulaba Tulofimo Omwe-
feso ngali naye mu kibuga: nebaterera nti
30 Paulo amulese mu yekalu. Ekibuga kyona
nekyegugumula, abantu nebakung'ana mbiro;
nebakwata Paulo nebamuwalula okumufulu-
mya ebweru weyekalu: amangwago enzigi nezi-
31 galwawo. Bwebali basala amagezi okumu'ta,
ebigambo nebimutukako omwami omukulu we-
kitongole ekya baserikale nti Yerusalemi yona
32 yefukude. Amangwago natwala baserikale
nabami naserengeta gyebali mbiro: nabo bwe-
balaba omwami omukulu ne baserikale nebaleka
33 okumukuba Paulo. Awo omwami omukulu
nalyoka asembera namukwata, nalagira okumu-

sibya enjegere biri; nabuza nti yani, ne kyakoze ki. Abamu abomukibina nebogerera wagulu 34
bulala abalala bulala: bwatainza kutegera mazima olwokulekana, nalagira okumutwala mu kigo. Bweyatuka ku madala, nalyoka asituli- 35
bwa baserikale olwamanyi gekibina: kubanga 36
ekibina kyabantu bali bagoberera nga bogerera wagulu nti Mu'te.

Paulo bweyali anatera okuingizibwa mu kigo 37
nagamba omwami omukulu nti Kirungi nkubulire ekigambo? Nagamba nti Omanyi Oluyonani? Kale si gwe Mumisiri oli mu naku ezaita eyaje- 38
mesa abantu enkumi enya ku Batemu bali, nabatwala mu lukola? Naye Paulo nagamba nti Nze 39
ndi muntu Muyudaya, Owetaliso ekyomu Kirikiya, si wa mu kibuga ekitali kimanyi: era nkwegairide, ndeka njogere nabantu. Bweyamukiriza, 40
Paulo naimirira ku madala nabawenya nomukono abantu; bwebamala okusirikirira dala, nayogera mu lulimi Olweberaniya ngagamba nti

Abasaja aboluganda ne basebo, muwulire enso- 22
nga gyembawoleza kakano.

[Bwebawulira ngabagambye mu lulimi Olwe- 2
beraniya nebeyongera okusirika:] nagamba nti

Nze ndi muntu Muyudaya, eyazalibwa mu 3
Taliso ekyomu Kirikiya, naye eyalererwa mu kibuga muno ku bigere bya Gamalieri, eyaigirizibwa enyo mu mpisa zamateka ga bajaja, nembera nobugya bwa Katonda nga mwe mwena bwemuli lero: nembaiganya abekubo lino noku- 4
ba'ta, nga mbasiba era nga mbateka mu makomera abasaja nabakazi; era ne kabona omukulu ye mu- 5
julirwa wange owebyo nabakade bona: era nabo nebampa ebaluwa eri aboluganda, nentambula okugenda Edamasiko okuleta nabo abali eyo nga

6 Lasibe mu Yerusalemi okubonerezebwa. Awo
olwatuka bwenali nga ntambula nga natera oku-
tuka Edamasiko, nga mu tuntu, amangwago omu-
sana mungi ogwava mu gulu negwaka negunetо-
7 lola; nengwa wansi, nempulira edobozi nga li-
8 ngamba nti Saulo, Saulo, onjiganyiza ki? Nze
nenziramu nti Gwani, Mukama wange? Nang'a-
mba nti Nze Isa Omunazalesi gwoiganya gwe.
9 Abali awamu nange nebalaba omusana, naye
nebatawulira dobozi lyoyo eyayogera nange.
10 Nengamba nti Nakola ntya, Mukama wange?
Mukama wafe nang'amba nti Golokoka, ogende
Edamasiko, onobulirirwa eyo ebigambo ebya
11 byona byolagidwa okukola. Bwesainza kulaba
olwekitibwa kyomusana guli, nenkwatibwa ku
mukono abo abali nange nentuka mu Damasiko.
12 Omuntu Ananiya omwegendereza mu mateka,
13 eyasimibwa Abayudaya bona abatula eyo, naja
gyendi naimirira wendi nang'amba nti Owoluga-
nda Saulo, zibula. Mu kisera ekyo nenzibula oku-
14 mutunulira. Nagamba nti Katonda wa bajaja
bafe yakulonda da otegere ebyo byayagala, era
olabe Omutukirivu oli, era owulire edobozi eriva
15 mu kamwake. Kubanga olibera mujulirwawe eri
abantu bona owebigambo byolabye nebyowulide.
16 Kale kakano ekikulwisa ki? Golokoka, obatizibwe
17 onaze ebibibyo, nga wegairira erinyalye. Awo
olwatuka bwenakomawo Eyerusalemi, bwenali
nga nsaba mu yekalu, omwoyo gwange neguwa-
nyisibwa nemulaba ngang'amba nti Yanguwa
18 ove mangu mu Yerusalemi; kubanga tebalikiriza
19 kutegezakwo kunze. Nange nengamba nti Mu-
kama wange, bo be nyini bamanyi nti nze naba-
tekanga mu makomera era nga nabakubanga mu
20 buli kung'aniro abakukiriza: era nomusai ogwo-

mujulirwawo Sitefano bwegwayiyibwa, nange
mwene nali nga nyimiride awo, nga nsimye, nga
nkuma ebyambalo byabwe abamu'ta. Nang'a- 21
mba nti Genda: kubanga nze ng'enda kukutuma
wala mu bamawanga.

Nebamuwulira okutusa ku kigambo kino, 22
nebaimusa amalobozi gabwe nga bagamba nti
Mugye munsi afanana bwatyo: kubanga si kiru-
ngi abere mulamu. Bwebali nga bogerera wagulu 23
era nga bakasuka engoye zabwe, era nga bafumu-
lira wagulu enfufu, omwami omukulu nalagira 24
okumuleta mu kigo, ngagamba okumukemereza
nemigo alyoke ategere ensonga gyebamulanze-
okwogerera wagulu kuye bwebatyo. Bwebali 25
nga bamaze okumusibya enkoba, Paulo nagamba
omwami eyali amuimiride okumpi nti Si kya
muzizo mwe okukuba omuntu Omulumi nga
tanaba kusalirwa musango? Omwami bweya- 26
wulira nagenda eri omwami omukulu namubulira
ngagamba nti Ogenda kukola ki? kubanga
omuntu ono Mulumi. Omwami omukulu na- 27
genda gyali, namugamba nti Mbulira, gwoli
Mulumi? Nagamba nti Ye. Omwami omukulu 28
nadamu nti Nze nafuna Obulumi buno nebintu
bingi. Paulo nagamba nti Naye nze mwenaza-
lirwa. Awo amangwago nebalyoka bamuleka 29
abali bagenda okumukemereza: era nomwami
omukulu natya bweyamala okutegera nga Mu-
lumi, era kubanga amusibye.

Naye ku lunaku olwokubiri, bweyayagala oku- 30
manya amazima ensonga Abayudaya gyebamu-
lanze okumulopa, namusumulula nalagira baka-
bona abakulu nolukiko lwona okukung'ana, na-
musa wansi Paulo namuteka mu maso gabwe.

23.

1 Paulo neyekaliriza amaso abolukiko nagamba
nti Abasaja aboluganda, nze negendereza nomwo-
yo gwona omulungi mu maso ga Katonda okutu-
2 sa ku lunaku luno. Kabona omukulu Ananiya
nalagira abamuimiride okumpi okumukuba omu-
3 mwa. Paulo nalyoka amugamba nti Katonda ali-
kukuba, gwe ekisenge ekyasigibwa okutukula;
era otude okunsalira omusango ngamateka bwega-
li, nolagira okunkuba ngamateka bwegatalagira?
4 Abali bamuimiride okumpi nebagamba nti
5 Ovuma kabona omukulu owa Katonda? Paulo
nagamba nti Mbade simumanyi, aboluganda, nga
ye kabona omukulu: kubanga kyawandikibwa
nti Toyogeranga bubi ku mukulu wabantubo.
6 Naye Paulo bweyategera ngekitundu kimu kya
Basadukayo nekyokubiri kya Bafalisayo, nayo-
gerera wagulu mu lukiko nti Abasaja aboluga-
nda, nze ndi Mufalisayo, mwana Wabafalisayo:
nsalirwa omusango olwesubi nokuzukira kwabafu.
7 Bweyayogera bwatyo newabawo okuyomba Aba-
falisayo Nabasadukayo, ekibina nekyawukanamu.
8 Kubanga Abasadukayo bagamba nti tewali kuzu-
kira, newakubade malaika, newakubade omuzi-
9 mu: naye Abafalisayo bātula byombi. Newaba-
wo okukayana kungi: abawandisi abamu abo-
mukitundu Ekyabafalisayo nebaimirira nebawa-
kana nga bagamba nti Tetulaba kibi ku muntu
ono: era (kinaba kitya) obanga omuzimu gwe
10 gwogede naye oba malaika? Bwewabawo okuyo-
mba okungi, omwami omukulu ngatya Paulo
nga bagenda okumukutulamu, nalagira ekitongole

oku'ka wansi okubamugyako wakati wabwe olwamanyi, okumuleta mu kigo.

Awo mu kiro ekyokubiri, Mukama wafe naimirira wali nagamba nti Guma omwoyo: kuba nga bwewategeza ebigambo byange mu Yerusalemi, era kikugwanide okutegeza bwotyo ne mu Lumi. 11

Bwebwakya enkya, Abayudaya nebalagana nebekolimira nga bagamba nti tebaja kulya newakubade okunywa wabula nga bamaze ku'ta Paulo. Nebasingawo amakumi ana abekobana bwebatyo. Abo nebaja eri bakabona abakulu nabakade nebagamba nti Okwekolimira twekolimide obutakomba ku kantu wabula nga tumaze ku'ta Paulo. Kale kakano mwe nolukiko mugambe omwami omukulu amulete wansi gyemuli ngabagala okwongera okumanya amazima ebigambobye: nafe, anaba nga tanaba kusembera, twetesetese okumu'ta, 12 13 14 15

Naye omwana wa mwanyina wa Paulo nawulira okutega kuno, naja naingira mu kigo, nabulira Paulo. Paulo naita omu ku bami nagamba nti Twala omulenzi ono eri omwami omukulu; kubanga alina ekigambo okumubulira. 16 17

Awo oli namutwala namuleta eri omwami omukulu nagamba nti Paulo omusibe yampise nanegairira okukuletera omulenzi ono, ngalina kyagenda okukubulira. 18

Omwami omukulu namukwata ku mukono neyeyawula mu kyama namubuza nti Bigambo ki byolina okumbulira? 19

Nagamba nti Abayudaya bateseza okukwegairira okuleta Paulo enkya wansi mu lukiko ngagenda okwongera okumubuza amazima ebigambobye. 20

Kale gwe tobakiriza: kubanga abantu babwe bamuteze okusinga amakumi ana abekolimide obutalya newakubade oku- 21

nywa wabula nga bamaze okumu'ta; nabo kakano betesetese nga balindirira gwe okubasubiza.
22 Awo omwami omukulu namusibula omulenzi, bweyamala okumulagira aleme okubulirako omu-
23 ntu nti ombulide ebigambo bino. Naita babiri ku bami nagamba nti Mutegeke baserikale ebikumi bibiri okugenda Ekaisaliya, nabokumbalasi nsanvu, nabamafumu ebikumi bibiri, mu sawa
24 eyokusatu eyekiro; era babalabire ensolo balyoke bebagazeko Paulo era bamutwale emirembe
25 eri Ferikisi owesaza. Nawandika ebaluwa engeri eno nti
26 Kulaudio Lusiya amulamusiza owesaza omu-
27 lungi enyo Ferikisi. Omuntu oyo bweyamala okukwatibwa Abayudaya, bwebali bagenda okumu'ta, nenjija nekitongole gyebali nemba-
28 mugyako, bwenategera nga Mulumi. Era bwenayagala okutegera ensonga gyebamulanze oku-
29 mulopa, nemutwala mu lukiko lwabwe. Nendaba ngalopedwa bya kubuzibwa ebyomumateka gabwe, naye nga tewali nsonga ya ku-
30 mu'sa newakubade okusibibwa. Bwebambulira nti banamusalira olukwe, amangwago nemuwereza gyoli; era nendagira abamulopa okumulopa mu masogo.
31 Awo baserikale nga bwebalagirwa nebatwala Paulo nebamuleta mu kiro okutuka mu Anti-
32 patuli. Naye ku lunaku olwokubiri nebaleka abokumbalasi okugenda naye nebadayo mu kigo:
33 abo bwebatuka Ekaisaliya nebamuwa ebaluwa
34 owesaza era nebamwanjulira Paulo. Bweyamala okugisoma, nabuza esaza gyavude; bweyabu-
35 lirwa nti avude mu Kirikiya, nagamba nti Ndikuwulira abakulopa bwebalibawo nabo: nalagira okumukumira mu nyumba ya Kerode.

24.

Enaku bwezaitawo etano, kabona omukulu 1
Ananiya naserengeta nabakade abamu nomuntu
omwogezi Teretulo; abo nebamubulira owesaza
ebigambo Paulo byeyalopebwa. Bweyaitibwa, 2
Teretulo natanula okumulopa ngagamba nti

Kubanga twali tufunye emirembe mingi eri
gwe, nebigambo ebibi nga birongosebwa mu
gwanga lino olwokulabirirakwo, tubikiriza enaku 3
zona ne mu bifo byona. Ferikisi omulungi enyo,
nokwebaza kwona. Naye neme okwongera oku- 4
kukoya, nkwegairide otuwulire mu bigambo bito-
no olwobulungibwo. Kubanga twalaba omuntu 5
ono nga mubi nyo, ajemesa Abayudaya bona abali
munsi zona, era ye mukulu wekitundu Kyabana-
zalesi: yagezako okwonona yekalu: netumu- 6
kwata, netwagala okumusalira omusango ngama-
teka gafe bwegali: naye omwami omukulu Lusiya 7
naja natumugyako mu mikono gyafe namanyi
mangi, bweyalagira abamulopa okuja gyoli: noyo 8
bwonomubuliriza weka onoinza okutegera bino
byona byetumulopa. Era Nabayudaya nebamu- 9
lopa bumu nga bagamba nti bwebityo bwebiri.

Awo owesaza bweyamuwenya okwogera, Paulo 10
nadamu nti

Kubanga manyi nga wali mulamuzi wa gwa-
nga lino okuva mu myaka mingi, nkuwoleza
ebigambo byange nomwoyo omugumu; kubanga 11
oinza okutegera ngenaku tezinaita kumi na biri
kasokede ninya Eyerusalemi okusinza: so teba- 12
nsanganga mu yekalu nga mpak:na nomuntu oba
nga njemesa ekibina newakubade mu kung'ani-
ro newakubade mu kibuga. So tebainza kulu- 13
miriza woli ebigambo byebandopa kakano. Naye 14

kino njatula woli nti ekubo nga bweriri lyebaita ekitundu, bwentyo bwempereza Katonda wa bajaja bafe, nga nzikiriza byona ebyawandikibwa
15 mu mateka ne mu bya banabi; nga nina esubi eri Katonda, era nabo be nyini lyebasubira, nti walibawo okuzukira kwabatukirivu era nabatali
16 batukirivu. Era nyikira mu kigambo ekyo okubera nomwoyo ogutalina musango eri Katonda
17 neri abantu enaku zona. Awo emyaka mingibwegyaitawo nenjija okuleta ebyabavu eri egwanga
18 lyafe nebiwebwayo: (bwenali) mwebyo, nebansanga mu yekalu nga ntukuzibwa, nga sirina kibina newakubade oluyogano: naye Abayudaya aba-
19 mu abava mu Asiya—abagwanide okubera woli
20 nokundopa obanga balina ekigambo kunze. Oba bano bayogere be nyini ekibi kyebalaba bwenai-
21 mirira mu lukiko wabula olwedobozi lino erimu lyenayogerera wagulu, nga nyimiride mubo, nti Olwokuzukira kwabafu nsalirwa omusango gyemuli ku lunaku luno.

22 Naye Ferikisi, kubanga yasinga okumanyira dala ebigambo Ebyekubo, nabalwisawo ngagamba nti Bwaliserengeta Lusiya omwami omukulu, ndisala omusango gwebigambo byamwe.
23 Nalagira omwami okumukuma nokumuwa ebanga; nobutaziiza muntu yena ku mikwanogye okumuwereza.

24 Naye enaku bwezaitawo Ferikisi naja ne mukaziwe Dulusira, Omuyudaya, naita Paulo namuwulira ebigambo ebyokukiriza Isa Masi-
25 ya. Bweyali ngategeza ebyobutukirivu, nebyokwegendereza nebyomusango ogugenda okuja, Ferikisi natya nadamu nti Genda kakano; bwe-
26 ndiba nebanga, ndikuita. Era nasubira Paulo okumuwa ebintu: kyeyava yeyongeranga oku-

mutumira okunyumya naye. Naye bwewaitawo 27
emyaka ebiri, obwa Ferikisi nebuwebwa Polikio
Fesito; Ferikisi bweyayagala Abayudaya oku-
musima, naleka Paulo nga musibe.

25.

Awo Fesito bweyatuka mu saza, bwewaitawo 1
enaku satu, nava mu Kaisaliya nalinya Eyerusa-
lemi. Bakabona abakulu nabakungu Babayu- 2
daya nebamubulira Paulo byeyalopebwa; neba- 3
mwegairira, nga bagala abakole obulungi kuye,
amutumire okuja Eyerusalemi; bamutege mu
kubo okumu'ta. Naye Fesito nadamu nti Paulo 4
akumirwa mu Kaisaliya, naye ye nyini yali nga-
litera okuvayo okugenda. Nagamba nti Kale 5
abakulu mumwe bagende nange, bamulope oyo
obanga aliko ekibi kyona kyona.

Bweyamalayo ewabwe enaku ezitasingawo mu- 6
nana oba kumi, naserengeta Ekaisaliya; ku luna-
kuolwokubiri natula ku ntebe esalirwako emisa-
ngo, nalagira okuleta Paulo. Bweyatuka Aba- 7
yudaya abava Eyerusalemi nebaimirira okumwe-
tolola, nga baleta byebamulopa bingi era bizibu,
byebatainza kulumiriza; Paulo nawoza nti Siyo- 8
nonanga mu mateka Gabayudaya newakubade
ku yekalu newakubade eri Kaisali. Naye Fe- 9
sito, bweyayagala Abayudaya okumusima, nada-
mu eri Paulo nagamba nti Oyagala okugenda
Eyerusalemi osalirweyo omusango gwebigambo
bino mu maso gange? Naye Paulo nagamba 10
nti Nyimiride awali entebe esalirwako emisango
eya Kaisali, wengwanide okusalirwa omusango:
siyononanga eri Abayudaya, era nga nawe bwo-
tegerera dala obulungi. Kale obanga nayonona 11

era nga nakola ekigambo ekisanide okunzisa,
sigana kufa: naye obanga bano ebigambo bye-
bandopa nga tebiriwo na kimu, tewali muntu
12 ainza okumpayo mubo. Njulira Kaisali. Fesito
bweyamala okutesa nabo mu lukiko nalyoka ada-
mu nti Ojulide Kaisali: oligenda eri Kaisali.
13 Awo bwewaitawo enaku, Agulipa kabaka
ne Berenike nebatuka Ekaisaliya, nebamula-
14 musa Fesito. Bwebamalayo enaku nyingi, Fe-
sito namubulira kabaka ebigambo bya Paulo
ngagamba nti Waliwo omuntu Ferikisi gweya-
15 leka nga musibe: bwenali mu Yerusalemi baka-
bona abakulu nabakade Babayudaya nebambulira
ebigambobye, nga bagala okumusalira omusa-
16 ngo. Nembadamu nti Si mpisa ya Balumi oku-
wayo omuntu abamulopa nga tebanaba kubawo
mu masoge, era nga tanawebwa banga lya ku-
17 woza byebamulopa. Awo bwebakung'anira wa-
no, salwa na katono, naye ku lunaku olwokubiri
nentula ku ntebe esalirwako emisango nendagira
18 okumuleta omusaja. Bwebaimirira abamulopa
nebataleta nsonga ya bigambo bibi nga bwenali
19 ndowoza; naye balina kuye ebibuzibwa mu dini
yabwe nebyomuntu Isa eyafa, Paulo gweyayoge-
20 rako okuba omulamu. Nange bwenabulwa bwe-
nakebera ebyo, nemubuza ngayagala okugenda
Eyerusalemi okusalirwayo omusango ogwa bino.
21 Naye Paulo bweyajulira okukumibwa okusalirwa
omusango eri Augusito, nendagira okumukuma
22 okutusa lwendimuwereza eri Kaisali. Agulipa
nagamba Fesito nti Nandyagade nange okuwulira
omuntu oyo. Nagamba nti Enkya onomuwulira.
23 Awo ku lunaku olwokubiri Agulipa ne Bereni-
ke bwebaja nekitibwa ekinene ra bwebaingira mu
kifo awawulirirwa emisango wamu nabami abaku-

lu nabakungu abomukibuga, Fesito nalagira Paulo naletebwa. Fesito nagamba nti Agulipa kaba- 24
ka namwe mwena abali wano nafe, mumulaba
ono, ekibina kyona Ekyabayudaya gwebanegai-
rira mu Yerusalemi ne wano nga bogerera wagulu
nti tekimugwanide kuba mulamu nate. Naye 25
nze nentegera nga takoze kigambo ekisanide
okumu'sa: naye yeka bweyajulira Augusito ne-
nsala okumuwerezayo. Sirina kigambo kuye 26
ekyamazima okuwandikira mukama wange.
Kyenvude muleta wemuli, era okusinga woli,
gwe kabaka Agulipa, bwetunamala okukemereza
ndyoke mbere nekigambo ekyokuwandika. Ku- 27
banga ndaba nga kya busiru okuwereza omusibe
nobutabulira nsonga eziri kuye.

26.

Agulipa nagamba Paulo nti Okirizibwa oku- 1
woza ensongazo. Awo Paulo nalyoka agolola
omukono nawoza nti

Byenalopebwa Abayudaya byona, kabaka Agu- 2
lipa, nesimye kubanga ng'enda okubiwoza lero
woli; era okusinga kubanga omanyi empisa ne- 3
bibuzibwa byona ebiri mu Bayudaya: kyenva
nkwegairira ogumikirize okumpulira. Kale 4
empisa zange okuva mu buto ezasoka oku-
bera mu gwanga lyafe ne mu Yerusalemi,
Abayudaya bona bazimanyi; abantegera oku- 5
soka eda, singa bagala okutegeza, bwene-
gendereza mu kitundu ekisinga obuzibu ekye-
dini yafe, nembera Mufalisayo. Kakano nyimi- 6
ride okusalirwa omusango olwesubi Katonda
lyeyasubiza bajaja bafe; lyebasubira okutukako 7
ebika byafe ekumi nebibiri, nga banyikira oku-
wereza Katonda emisana nekiro: olwesubi eryo

8 ndopedwa Abayudaya, kabaka! Kiki ekibalowo-
zesa ekitakirizibwa Katonda bwazukiza abafu?
9 Mazima nze nalowoza nzeka nga kingwanide
okukola obubi ebigambo bingi ku linya lya Isa
10 Omunazalesi. Nokukola nenkola bwentyo Yeru-
salemi: nze nensiba mu makomera abatukuvu
abamu bangi, bwenawebwa obuinza eri bakabo-
na abakulu, era bweba'tibwa, nenzikiriza oku-
11 ba'ta. Era bwenababonereza emirundi emingi
mu makung'aniro gona nembawaliriza okuvola;
nembasunguwalira nyo nembaiganya okutuka
mu bibuga ebyebweru.
12 Awo bwenali nga ng'enda Edamasiko nga
nina obuinza nokulagirwa okwava eri bakabona
13 abakulu, mu tuntu, kabaka, nendaba mu kubo
omusana ogwava mu gulu ogusinga okwaka
kwenjuba negumasamasa negunetolola nabali
14 batambula nange. Netugwa fena wansi ne-
mpulira edobozi nga lyogera nange mu lulimi
Olweberaniya nti Saulo, Saulo, onjiganyiza ki?
15 kye kizibu gwe okusamba ku miwunda. Nze
neng'amba nti Gwani, Mukama wange? Mu-
kama wafe nagamba nti Nze Isa, gwoiganya
16 gwe. Naye golokoka, oimirire ku bigerebyo:
kyenvude nkulabikira, nkulonde obere omuwe-
reza era omujulirwa webyo mwondabide era we-
17 byo mwendikulabikira, nga nkuwonya mu ba-
18 ntu ne mu bamawanga, nze gyenkutuma okuzi-
bula amaso gabwe, bakyuke mu kizikiza eri
omusana nokuva mu buinza bwa Setani eri Ka-
tonda, balyoke bawebwe okugyibwako ebibi no-
busika mwabo abatukuzibwa olwokukiriza nze.
19 Kale, kabaka Agulipa, salema kugondera okwo-
20 lesebwa okwomugulu: naye nasoka okubulira
abomu Damasiko ne mu Yerusalemi, era ne-

nsi yona Eyebuyudaya nabamawanga okwenenya nokukyukira Katonda, nga bakola ebikolwa ebisanide okwenenya. Abayudaya kyebava bankwata mu yekalu nebagezako okunzita. Kale bwenafuna okuberwa okwava eri Katonda, okutusa ku lunaku luno nyimiride nga mbategeza abato nabakulu, nga sogera kigambo wabula banabi ne Musa byebayogera nga bigenda okuja; bwekigwanira Masiya okubonyabonyezwa; (era) ye bwalisoka mu kuzukira kwabafu okubulira omusana abantu nabamawanga.

Bweyawoza bwatyo Fesito nagamba nedobozi dene nti Olaluse, Paulo: okusoma okwo okungi kukukyusa okuba omulalu. Naye Paulo nagamba nti Siraluse, Fesito omulungi enyo, naye njogera ebigambo ebyamazima nebyobuntu bulamu. Kubanga kabaka amanyi ebigambo bino, gwenjogerera mu masoge nobugumu. Kubanga manyi ebigambo bino tebyekwese eri kabaka nekimu; kubanga ekyo tekyakolebwa ku mabali. Okiriza banabi, kabaka Agulipa? Manyi ngokiriza. Agulipa nagamba Paulo nti Olwokusendasenda okutono oyagala okunfula Omumasiya. Paulo nagamba nti Nandisabye Katonda olwokusendasenda okutono oba nokunene si gwe weka era naye ne bona abampulira lero okufuka nga nze awatali kusibibwa kuno.

Kabaka nagolokoka nowesaza ne Berenike nabali batude awamu nabo; bwebadayo (eka), nebogera boka na boka nga bagamba nti Omuntu ono takoze kigambo ekisanide okumu'sa oba okumusibya. Agulipa nagamba Fesito nti Omuntu ono yandiinziza okutebwa, singa teyajulira Kaisali.

27.

1 Awo bwekyalagirwa fe okuwanika amatanga okugenda Italiya, nebawayo Paulo nabasibe abalala abamu eri omwami, erinyalye Yulio,
2 owekitongole kya Augusito. Netusabala mu malikebu Eyeadulamutio egenda okugenda ku njuwi Zeasiya, netuvayo, bweyali awamu nafe Alisitaliko Owemakedoni owomu Sesalonika.
3 Ku lunaku olwokubiri netugoba Esidoni: Yulio namukola bulungi Paulo namukiriza okugenda
4 eri mikwanogye okujanjabwa. Netuvayo netuita ku mabali ga Kupulo kubanga omuyaga
5 gwali guva mu maso. Bwetwaita mu nyanja Eyekirikiya Nepanfuliya; netutuka Emula Ekyerukiya.
6 Omwami nalabayo malikebu Eyealegezanderiya ngegenda Italiya; natusabaza mweyo.
7 Bwetwagenda empola enaku nyingi netutuka lwa mpaka ku Kinido, omuyaga bwegwatulobera, netuita ku mabali ga Kerete mu maso ga
8 Salamone; netukiitako lwa mpaka netutuka mu kifo ekiitibwa Emyalo Emirungi; awaliranye
9 ekibuga Lasaya. Bwewaitawo ebiro bingi, obubi bwali bumaze okubawo okugenda mu nyanja kubanga enaku ezokusiba zali ziise,
10 Paulo nabalabula ngabagamba nti Abasaja, ndaba nti olugendo luno lulibamu okwononeka nokufirwa kungi si kwa bintu byoka ne mali-
11 kebu, era naye nobulamu bwafe. Naye omwami nakiriza omugoba ne nanyini malikebu okusinga
12 Paulo byayogede. Kubanga omwalo tegwali mulungi okwewogomamu omuyaga, abamu bangi nebatesa okuvayo, mpozi balyoke batuke Efoiniki okwewogoma omuyaga; gwe mwalo Ogwekerete

ogutunulira wakati wobukika nebuvanjuba, ne
wakati wobukika obulala nebuvanjuba. Empe- 13
wo ezomugundu bwezakunta empola, nebalo-
woza nti bafunye bwebabade bagala, nebasi-
mbula esika nebaita kumpi nyo Nekerete. Naye 14
oluvanyuma lwebiro si bingi omuyaga ogulimu
kibuyaga ogwavayo oguitibwa Eulakulo negu-
kunta: malikebu bweyakwatibwa netainza kwo- 15
lekera mugaya, netugireka netutwalibwa (omu-
yaga). Netweyuna mu mabali gakazinga aka- 16
itibwa Kauda, netutegana okukwata eryato:
bwebamala okulirinyisa, nebadira (emigwa) egyo- 17
kubera nebagisiba wansi malikebu. Bwebatya
obutasulibwa mu Suluti, nebasa ebyali (wagulu),
nebatwalibwa (omuyaga). Bwetwategana enyo 18
nomuyaga, ku lunaku olwokubiri nebasikulula
(ebintu), era ku lwokusatu nebasula nemikono 19
gyabwe ebitwala malikebu. Era enjuba newa- 20
kubade emunyenye mu naku nyingi nga te-
byaka, era nomuyaga si mutono ogwatukwata,
oluvanyuma esubi lyona eryokulokoka fe neri-
gwawo. Enjala bweyali enyingi, awo Paulo 21
nalyoka aimirira wakati wabwe nagamba nti
Kyabagwanira, abasaja, okumpulira obutava mu
Kerete, obutalaba kwononeka kuno nokufirwa.
Era kakano mbabulirira okuguma emyoyo; ku- 22
banga tewabe mumwe kubula bulamu na katono
wabula malikebu. Kubanga wendi waimiride 23
ekiro kino malaika wa Katonda, nze owuwe, gwe-
mpereza, ngagamba nti Totya, Paulo; kikugwa- 24
nide okuimirira awali Kaisali; era, laba, Katonda
akuwade bona abagenda awamu nawe. Kale 25
mugume emyoyo, abasaja; kubanga nzikiriza
Katonda nga kiriba nga bweyangambye. Naye 26
kitugwanide okusulibwa ku kizinga.

27 Naye ekiro ekyekumi nebina bwekyatuka, nga
tutwalibwa eruwi neruwi mu Aduliya, mu tumbi
abalunyanja nebaterera nti banatera okusembera
28 ku lukalu; nebagera nebalaba ebifuba amakumi
abiri: bwetwagendako katono, nebagera nate,
29 nebalaba ebifuba kumi na bitano. Bwebatya
obutasera wali amainja, nebasula amasika ana
30 ku kiwenda nebagala omusana gubewo. Aba-
lunyanja bwebali bagala okuduka mu malikebu
nebamala okusa eryato mu nyanja ngabagenda
31 okusula amasika ku nsanda, Paulo nagamba
omwami ne baserikale nti Bwebatabere bano
32 mu malikebu, mwe temuinze kulokoka. Ba-
serikale nebalyoka basala emigwa egyeryato
33 nebalireka okugenda. Awo bwebwali bunatera
okukya, Paulo nabegairira bona okutwalako ku
mere, ngagamba nti Lero lunaku lwa kumi
na nya zemwalindiririra nemulwawo okusiba,
34 nemutatwala kantu. Kyenva mbegairira oku-
twalako ku mere: kubanga okwo kunabalokola:
kubanga tewabule luviri ku mitwe gyamwe
35 nomu. Bweyagamba bwatyo nadira omugati,
neyebaza Katonda mu maso ga bona nagume-
36 nyamu natanula okulyako. Bona nebaguma
37 emyoyo, nabo nebatwalako ku mere. Netuba
fena abali mu malikebu emyoyo bikumi bibiri
38 mu nsanvu mu mukaga. Bwebamala oku'kuta
emere, malikebu nebagiwewula nga basula enga-
39 no mu nyanja. Bwebwakya enkya, nebata-
manya nsi: naye nebalaba ekikono ekiriko
omusenyu; nebatesa, obanga kiinzika, okuse-
40 zamu malikebu omwo. Nebakutula amasika,
nebagaleka mu nyanja, mu kisera ekyo bweba-
sumulula emigwa egyenkasi egoba, nebawanika
etanga eri mu maso eri empewo nebolekera ku

tale. Naye bwebatuka mu kifo amayengo abiri 41
wegasisinkana, nebaseza malikebu; ensanda
nesera nenyuwera netanyenya, naye ekiwenda
nekizibukuka namanyi (gamayengo). Baseri- 42
kale nebatesa abasibe okutibwa baleme okuwu-
girira okuduka. Naye omwami bweyayagala 43
okuwonya Paulo, nabaziiza bwebateseza; nala-
gira abainza okuwuga okwesulamu basoke oku-
tuka ku tale; nabalala abasigala, abamu ku 44
mpero, nabamu ku bintu bya malikebu. Awo
bwebatyo bona nebatuka ku tale emirembe.

28

Bwetwamala okulokoka netulyoka tutegera 1
ngekizinga kiitibwa Merita. Banagwanga neba- 2
tukola obulungi obutali bwa bulijo: kubanga
bakuma omuliro, nebatusembeza fena olwenkuba
eyatonya nolwempewo. Naye Paulo bweyaku- 3
ng'anya omuganda gwobuku, nasa mu muliro,
embalasasa nevamu olwolubugumu nemukwata
omukono. Banagwanga bwebalaba ekyekulula 4
nga kirebetera ku mukono, nebagamba boka na
boka nti Mazima omuntu ono mu'si; newaku-
bade ngalokose mu nyanja, omusango tegu-
muganya kubera mulamu. Naye nakikunkumu-
lira mu muliro ekyekulula natabako kabi. Naye 5
bali nebalowoza nti anazimba oba anagwa ma- 6
ngu nga mufu: naye bwebalwawo enyo okutu-
nulira nebatalaba kibi kyabadeko, nebakyuka
nebagamba nti katonda.

Waliwo kumpi nekifo ekyo ensuku zomuntu 7
omukulu wekizinga, erinyalye Pubulio; oyo
natusembeza natujanjabira nekisa enaku esatu.
Awo kitawe Pubulio yali agalamide, ngalwade 8

omusuja nekiwaluko kyomusai: Paulo naingira
mwali, nasaba namusako emikono namuwonya.
9 Ekyo bwekyakolebwa, era nabalala abali ku
10 kizinga abalina endwade nebaja nebawona: era
abo nebatuwa ekitibwa kinene; bwetwavayo
nebatuletera byetwetaga.
11 Emyezi esatu bwegyaitawo, netuvayo mu ma-
likebu Eyealegezanderiya, eyali ku kizinga mu
biro ebyomuyaga, akabonero kayo Aboluganda
12 abalongo. Netugoba mu Sulakusa netumalayo
13 enaku satu: netuvayo netwetolola netutuka
Eregio: bwewaitawo olunaku olumu, empewo
ezomugundu nezikunta, ku lunaku olwokubiri
14 netutuka Eputeoli: gyetwasanga aboluganda
nebatuita okumalawo wamu nabo enaku mu-
15 sanvu: awo bwetutyo netutuka Erumi. Abo-
luganda bwebawulira ebigambo byafe nebavayo
okutusisinkana mu Katale ka Apio ne mu
Bisulo Ebisatu: Paulo bweyabalabako neyebaza
Katonda naguma omwoyo.
16 Bwetwaingira mu Lumi, omwami nabawayo
abasibe eri omwami wabakumi Abaperaitoliano:
naye Paulo nalagirwa okubera yeka wamu ne
serikale eyali amukuma.
17 Awo bwewaitawo enaku satu, naita abakulu
Babayudaya: bwebamala okukung'ana nabaga-
mba nti Nze, abasaja aboluganda, newakubade
nga sakola kibi ku bantu newakubade ku mpisa
za bajaja bafe, nensibibwa nempebwayo mu mi-
18 kono Gyabalumi mu Yerusalemi: abo bwebamala
okunkemereza nebagala okunsumulula, kubanga
19 tewali nsonga gyendi ya kunzisa. Naye Aba-
yudaya bwebagana, nempalirizibwa okujulira
Kaisali, si ngalina ekigambo okulopa egwanga
20 lyafe. Kale olwensonga eyo mbaise okundaba

nokwogera (nange): kubanga olwesubi lya
Isiraeri nsibidwa nolujegere luno. Bo neba- 21
mugamba nti Fe so tetuwebwanga baluwa za
bigambobyo okuva mu Buyudaya, so tewali ku
boluganda eyali aze natubulira oba nayogera
ekigambo ekibi kugwe. Naye twagala oku- 22
wulira gyoli byolowoza: kubanga ebigambo
byekitundu kino, tumanyi nti kiwerebwa wona
wona.

Nebamulaga olunaku nebaja bangi gyali mu 23
kisulo; nabanyonyola ngategeza obwakabaka bwa
Katonda, era ngabakirizisa ebigambo bya Isa
inu mateka ga Musa ne mu bya banabi okusoka
enkya okutusa akawungezi. Abamu nebaki- 24
riza byeyayogera, abamu nebatakiriza. Bwe- 25
batatabagana boka na boka, nebagenda, Paulo
bweyamala okwogera ekigambo kimu, nti Omwo-
yo Omutukuvu yagamba bulungi bajaja bamwe
mu nabi Isaya ngagamba nti 26

Genda eri abantu bano, oyogere nti
Okuwulira muliwulira, nemutategera;
Okulaba muliraba, nemutategereza:
Kubanga omutima gwabantu bano gusavu- 27
wade,
Namatu gabwe bawulira bubi,
Namaso gabwe bagazibye;
Baleme okulaba namaso,
Nokuwulira namatu,
Nokutegera nomutima gwabwe,
Nokukyuka,
Nze okubawonya.

Kale mutegere nti obulokozi bwa Katonda 28
buno buwerezebwa abamawanga: nabo baliwu-
lira era. Bweyayogera ebigambo ebyo, Abayu- 29
daya nebagenba nga bawakana nyo boka na boka.

30 Namalayo emyaka ebiri emiramba ewuwe
yeka gyeyasuzibwa olwempera, nabasembeza
31 bona abajanga gyali, ngabulira obwakabaka
bwa Katonda, era ngaigiriza nobugumu bwona
ebigambo bya Isa Masiya, nataziizibwa.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABALUMI.

1.

PAULO, omudu wa Isa Masiya, eyaitibwa (okuba) omutume, eyayawulirwa enjiri ya Katonda, 1
gyeyasubiriza eda mu banabibe mu byawandikibwa ebitukuvu, ebigambo Byomwanawe, eyazali- 2
bwa mu zade lya Daudi mu mubiri, eyalagibwa 3
(okuba) Omwana wa Katonda mu manyi, mu 4
mwoyo gwobutukuvu, olwokuzukira kwabafu,
Isa Masiya Mukama wafe, eyatuwesa ekisa 5
nobutume olwokuwulira okuva mu kukiriza mu
mawanga gona, olwerinyalye; era namwe muli 6
mubo, abaitibwa (okuba) aba Isa Masiya: eri 7
bona abali mu Lumi, abagalwa Katonda, abaitibwa (okuba) abatukuvu: ekisa (kibe) namwe
nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne Mukama
wafe Isa Masiya.

Okusoka, mwebaza Katonda wange kubwa Isa 8
Masiya kulwamwe mwena, kubanga okukiriza
kwamwe kubulirwa munsi zona. Kubanga Ka- 9
tonda ye mujulirwa wange, gwempereza mu
mwoyo gwange mu njiri Yomwanawe, bwenjogera
kumwe obutamala, nga negairira bulijo mu kusa- 10
ba kwange, ndyoke ntambuzibwe bulungi ne ka-
kano, Katonda bwayagala, okuja gyemuli. Ku- 11
banga mbalumirwa okubalaba, ndyoke mbaweko

ekirabo ekyomwoyo, mulyoke munyuwezebwe;
12 kwe kusanyukagana awamu namwe olwokukiriza
13 kwamwe nokwange. Era, aboluganda, sagala muleme kumanya ngemirundi mingi nalowozanga okuja gyemuli [nenziizibwa okutusa kakano], era ndyoke mbereko nebibala mumwe, era
14 nga mu mawanga amalala. Abayonani era ne banagwanga, abamagezi era nabasirusiru, bama-
15 nja. Era kyenva njagala okubabulira enjiri na-
16 mwe abali mu Lumi nga bwenyinza. Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge manyi ga Katonda olwokulokoka eri buli akiriza, okusoke-
17 ra ku Muyudaya era neri Omuyonani. Kubanga muyo obutukirivu bwa Katonda bubikulibwa obuva mu kukiriza okutusa mu kukiriza: nga bwekyawandikibwa nti Naye omutukirivu aliba mulamu lwa kukiriza.

18 Kubanga obusungu bwa Katonda bubikulibwa okuva mu gulu ku butatya Katonda bwona nobutaba na butukirivu obwabantu abaziiza
19 amazima mu butaba na butukirivu; kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo:
20 kubanga Katonda yabibalabisa. Kubanga ebibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira dala nga bitegererwa ku bitonde, obuinzabwe obutagwawo nobwakatondabwe; babere nga
21 tebalina kya kuwoza: kubanga, bwebamanya Katonda, nebatamugulumiza nga Katonda newakubade okumwebaza, naye nebagoberera ebitalimu ma mpaka zabwe, omutima gwabwe omusiru-
22 siru neguzikirizibwa. Bwebeita abamagezi, so-
23 nga basiruwala, nebawanyisa ekitibwa kya Katonda atagwawo okufanana ekifananyi kyomuntu agwawo, nekyebibuka nekyebirina amagulu ana nekyebyewalula.

Katonda kyeyava abawayo eri obugwagwa 24
mu kwegomba kwemitima gyabwe, okwonona
ekitibwa kyemibiri gyabwe boka na boka:
kubanga bawanyisamu amazima ga Katonda 25
mu bulimba, nebasinza nebawereza ekitonde
okusinga Omutonzi, eyebazibwa emirembe ne-
mirembe. Amina.

Katonda kyeyava abawayo eri okukwatibwa 26
okwensonyi: kubanga abakazi babwe nebawanyi-
samu ekikolwa ekyobuzaliranwa mu kitali kya
buzaliranwa: era nabasaja bwebatyo, bwebaleka 27
ekikolwa ekyomukazi ekyobuzaliranwa, nebaka
mu kwegomba kwabwe boka na boka, abasaja
nabasaja nga bakolagana ebitasana, era nga ba-
webwa mubo boka empera eyo eyasanira okwono-
na kwabwe.

Era nga bwebatakiriza kubera ne Katonda mu 28
magezi gabwe, Katonda yabawayo eri omwoyo
ogutakirizibwa, okukola ebitasana; nga bajude 29
obutaba na butukirivu bwona, obubi, okwego-
mba, etima; nga bajude obugya, obusi, okuyo-
mba, obukusa, enge; abageya, abalyolyoma, aba- 30
kyawa Katonda, abekyejo, abamalala, abenyumi-
riza, abayiya ebigambo ebibi, abatawulira
ababazala, abatalina magezi, abaleka endagano, 31
abatagalana, abatalina kusasira: abamanya omu- 32
sango gwa Katonda, ngabakola ebyo basanide
kufa, tebabikola bukozi, era naye babasima aba-
bikola.

2

Kyova olema okubera nekyokuwoza, gwe buli 1
muntu anenya: kubanga kyonenya muno, wene-
nyeza dala weka; kubanga gwanenya okola ebyo.
Era tumanyi ngokunenya kwa Katonda nga kwa 2

3 mazima kwabo abakola bwebatyo. Gwe omuntu,
anenya abakola bwebatyo nawe nokola ebyo, olo-
woza ngolirokoka mu kunenya kwa Katonda?
4 Oba onyomye obugaga bwobulungibwe nobu-
wombefu nokugumikiriza, nga tomanyi ngobu-
lungi bwa Katonda bukuleta mu kwenenya?
5 Naye nga bwolina obukakanyavu nomutima ogu-
tenenya, weterekera obusungu (obuliba) ku lu-
naku olwobusungu omusango ogwensonga gwa
6 Katonda kwegulibikukira; alisasula buli muntu
7 ngebikolwabye bwebyali: abanonya ekitibwa
netendo nobutagwawo mu kugumikiriza nga ba-
kola bulungi (alibasasula) obulamu obutagwawo:
8 naye kwabo abayomba, nabatawulira mazima, na-
ye bawulira obutali butukirivu, (kulibera) obusu-
9 ngu nobukambwe, okubonyabonyezebwa nokulu-
mizibwa, ku buli bulamu bwomuntu akola obubi,
okusokera ku Muyudaya era ne ku Muyonani;
10 naye ekitibwa netendo nemirembe ku buli
akola obulungi, okusokera ku Muyudaya era ne
11 ku Muyonani: kubanga Katonda tasosola mu
12 bantu. Kubanga bona abayonona awatali
mateka, era balibula awatali mateka: era bona
abayonona nga balina mateka, balisalirwa omu-
13 sango namateka; kubanga abawulira obuwulizi
amateka sibe batukirivu eri Katonda, naye
abakola ebyamateka be baliwebwa obutukirivu:
14 kubanga abamawanga abatalina mateka bwe-
bakola mu buzaliranwa ebyamateka, abo, bwe-
bataba na mateka, beberera amateka boka:
15 kubanga balaga omulimu gwamateka nga
gwawandikibwa mu mitima gyabwe, omwoyo
gwabwe nga gutegeza wamu, nebirowozo byabwe
nga biropagana oba nga biwozagana byoka na
16 byoka; ku lunaku Katonda kwalisalira omusango

gwebyama byabantu, ngenjiri yange bweri, kubwa Isa Masiya.

Naye gwe bwoitibwa Omuyadaya, newesigama 17
ku mateka, newenyumiririza mu Katonda, noma- 18
nya byayagala, nosima ebisinga obulungi, ngoi-
girizibwa mu mateka, newetegera gwe okubera 19
omusale wabazibe bamaso, omusana gwabali mu
kizikiza, omulagirizi wabatalina magezi, omuigiri- 20
za wabana abato, ngolina ekyokulabirako ekyama-
gezi nekyamazima mu mateka; kale gwaigiriza 21
omulala, teweigiriza weka? abulira obuta'ba,
o'ba? ayogera obutayenda, oyenda? akyawa 22
ebifananyi, o'ba ebyomubigwa? eyenyumiriza 23
mu mateka, mu kusobya amateka oswaza
Katonda? Kubanga erinya lya Katonda livole- 24
bwa mu bamawanga kulwamwe, nga bwekya-
wandikibwa. Kubanga okukomolebwa kugasa, 25
bwokwata amateka: naye bwoba omusobya
wamateka okukomolebwakwo kufuse butako-
molebwa. Kale atali mukomole bwakwata emi- 26
sango egyomumateka, obutakomolebwabwe te-
bulibalibwa kuba kukomolebwa? era atali muko- 27
mole mu buzaliranwa, bwatukiriza amateka,
talikusalira musango gwe, omusobya wamateka,
ngolina enukuta nokukomolebwa? Kubanga 28
(Omuyudaya) owokungulu siye Muyudaya;
so (nokukomolebwa) kwomubiri okwokungulu
sikwe kukomolebwa: naye (Omuyudaya) owo- 29
munda ye Muyudaya; nokukomolebwa kwe
kwomutima, mu mwoyo, si mu nukuta; atate-
nderezebwa bantu, wabula Katonda.

3.

1 KALE Omuyudaya asinga atya? oba nokukomo-
2 lebwa kugasa ki? (Kugasa) nyo mu bigambo
byona: ekyoluberyeberye kubanga batereseb wa
3 Katonda byeyayogera. Kubanga abamu bweba-
taba na kukiriza, kiki? obutakiriza bwabwe bu-
4 ligyawo obwesigwa bwa Katonda? Kitalo: neda,
Katonda abere wa mazima, naye buli muntu
(abere) mulimba; nga bwekyawandikibwa nti

Obere nobutukirivu mu bigambobyo,
Osinge bwosalirwa omusango.

5 Naye obutali butukirivu bwafe bwebutendere-
zesa obutukirivu bwa Katonda, tunayogera tu-
tya? Katonda talina butukirivu aleta obusu-
6 ngu? [njogera mu buntu.] Kitalo: kubanga,
(bwekiba bwekityo,) Katonda alisalira atya ensi
7 omusango? Naye amazima ga Katonda bwe-
geyongera okulabika olwobulimba bwange naye
nawebwa ekitibwa, nze kiki ekinsaliza omusa-
8 ngo nate ngomwononyi? era (kiki) ekitulobera
(okwogera) [nga bwetuwairizibwa, era ngabamu
bwebogera nti tugamba] nti Tukole ebibi, ebiru-
ngi biryoke bije? abo okusalirwa omusango kwa
nsonga.

9 Kale kiki? fe zisanze okusinga (bo)? Neda
na katono: kubanga tusose okubalopa Abayu-
daya era Nabayonani nti bona bafugibwa kibi;
10 nga bwekyawandikibwa nti

Tewali mutukirivu nomu;
11 Tewali ategera,
Tewali anonya Katonda;
12 Bona bākyama, bāfuka bataasana wamu,
Tewali akola obulungi, tewali nomu;

Omumiro gwabwe ye ntana eyasamiride ; 13
Balimba nenimi zabwe ;
Obusagwa bwembalasasa buli wansi wemimwa gyabwe :
Akamwa kabwe kajude okukolima nokukawa : 14
Ebigere byabwe byanguwa okuyiwa omusai ; 15
Okuzikirira nobunaku biri mu makubo gabwe ; 16
So tebamanyanga kubo lya mirembe : 17
Tewali kutya Katonda mu maso gabwe. 18
Naye tumanyi nga byona amateka byegogera, gagamba abo abalina amateka ; buli kamwa 19
kona kazibibwe, nensi zona zibereko omusango eri Katonda : kubanga olwebikolwa byamateka 20
alina omubiri yena taliwebwa butukirivu mu masoge : kubanga amateka ge gamanyisa ekibi.
Naye kakano awatali mateka obutukirivu bwa 21
Katonda, obutegezebwa amateka ne banabi, bulabisibwa ; bwe butukirivu bwa Katonda olwo- 22
kukiriza Isa Masiya eri bona abakiriza ; kubanga tewali njawulo ; kubanga bona bayonona, neba- 23
tatuka ku kitibwa kya Katonda ; (naye) bawe- 24
bwa obutukirivu bwa bwerere lwa kisakye olwokununulibwa okuli mu Masiya Isa : Katonda 25
gweyasawo (okuba) omutango, olwokukiriza omusaigwe, okulaga obutukirivubwe, olwokusonyiwa ebibi ebyakolebwa eda, Katonda ngagumikiriza ; okulaga obutukirivubwe mu biro bino : alyoke abe- 26
re omutukirivu era ngamuwa obutukirivu akiriza Isa. Kale okwenyumiriza kuliruwiwa ? Kwazi- 27
izibwa. (Kwaziizibwa) namateka gafanana gatya ? ga bikolwa ? Neda : naye namateka ga kukiriza. Kyetuva tubala ngomuntu awebwa obutu- 28
kirivu lwa kukiriza awatali bikolwa bya mu mateka. Oba Katonda (Katonda) wa Bayudaya 29

30 boka? era si (Katonda) wa bamawanga? Wewa-
wo, era wa bamawanga: obanga Katonda (ali)
omu, alibawa obutukirivu abakomole olwokukiri-
31 za, nabatali bakomole olwokukiriza. Kale ama-
teka tugagyawo olwokukiriza? Kitalo: neda,
tunyuweza amateka.

4.

1 Kale kiki kyetunayogera Ibulaimu jaja wafe
2 mu mubiri kyeyalaba? Kubanga Ibulaimu si-
nga yawebwa obutukirivu olwebikolwa, singa ali-
na ekimwenyumirizisa; naye talina mu maso ga
3 Katonda. Kubanga ebyawandikibwa byoge-
ra bitya? Ibulaimu nakiriza Katonda, nekumu-
4 balirwa okuba obutukirivu. Naye akola empe-
raye temubalirwa lwa kisa, naye lwa banja.
5 Naye atakola, naye nakiriza oyo abawa obutu-
kirivu abatatya Katonda, okukirizakwe kumuba-
6 lirwa okuba obutukirivu. Era nga Daudi bwa-
yogera omukisa gwomuntu, Katonda gwabalira
obutukirivu awatali bikolwa, nti
7 Baweredwa omukisa abagyibwako ebyonono
byabwe,
Ebibi byabwe byabikibwako.
8 Aweredwa omukisa omuntu Mukama gwata-
libalira kibi.
9 Kale omukisa ogwo (guli) ku bakomole (boka),
era nantiki kwabo abatali bakomole? Kubanga
tugambye nti okukirizakwe kwamubalirwa Ibu-
10 laimu okuba obutukirivu. Kale kwabalwa ku-
tya? bweyali ngakomoledwa, nantiki bweyali
nga tanakomolebwa? si bweyali ngakomoledwa,
11 naye nga tanakomolebwa: nawebwa ekyokulabi-
rako ekyokukomolebwa, akabonero kobutukiri-
vu obwokukiriza kweyalina nga tanakomolebwa:

alyoke abere jajabwe bona abakiriza nga si bakomole, babalirwe obutukirivu; era ne jaja wabakomole, so si wabo abakomole obukomozi, naye abatambulira mu bigere byokukiriza kwa jaja wafe Ibulaimu kweyalina nga tanakomolebwa. Kubanga okusubiza tekwawerwa Ibulaimu newakubade ezaderye mu mateka, nti alibera musika wa nsi zona, wabula mu butukirivu obwokukiriza. Kubanga abomumateka singa be basika, okukiriza singa kudibye, era nokusubiza singa kugyidwawo: kubanga amateka galeta obusungu; naye awatali mateka, era tewabawo kwonona. Kyekuva kuva mu kukiriza, kulyoke kubere kwa kisa, okusubiza kulyoke kunyuwere eri ezade lyona, si eri abomumateka boka, naye era neri abomukukiriza kwa Ibulaimu, ye jajafe fena [nga bwekyawandikibwa nti Nkufude jaja wamawanga amangi] mu maso goyo gweyakiriza, ye Katonda, azukiza abafu, era aita ebitaliwo ngebiriwo. Eyakiriza mu subi awatasubirikika, alyoke abere jaja wamawanga amangi, nga bwekyayogerebwa nti Ezaderyo liriba bwerityo. Natanafuwa mu kukiriza bweyalowoza omubirigwe ye nga gufude [nga yakamala emyaka nga kikumi], nolubuto lwa Sala nga lufude: naye mu kusubiza kwa Katonda teyabusabusa mu butakiriza, naye nafuna amanyi mu kukiriza, ngagulumiza Katonda, era ngategerera dala nga byeyasubiza era ainza nokubikola. Era kyekwava kumubalirwa okuba obutukirivu. Naye tekyawandikibwa kululwe yeka nti kwamubalirwa; naye era ne kulwafe, abagenda okubalirwa, abakiriza oyo eyazukiza Isa Mukama wafe mu bafu, eyawebwayo olwebyonono byafe nazukira olwokutuwesa obutukirivu.

12 13 14 15 16 17 18 19 20 21 22 23 24 25

5.

1 KALE bwetwawebwa obutukirivu olwokukiriza,
tubere nemirembe eri Katonda kubwa Mukama
2 wafe Isa Masiya, era eyatuwesa olwokukiriza
okutuka mu kisa kino kyetuimiridemu; era twe-
nyumirize olwokusubira ekitibwa kya Katonda.
3 So si ekyo kyoka, era naye twenyumirize mu
kubonabona kwafe, nga tumanyi ngokubona-
4 bona kuleta okugumikiriza; nate okugumikiriza
(kuleta) okukemebwa; nate okukemebwa
5 (kuleta) okusubira: nate okusubira tekukwasa
nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufu-
kidwa dala mu mitima gyafe Kubwomwoyo
6 Omutukuvu gwetwawebwa. Kubanga bwetwali
nga tukyali banafu, mu ntukoze Masiya yafirira
7 abatatya Katonda. Kubanga kizibu omuntu
okufirira omutukirivu: kubanga omulungi mpozi
8 omuntu aguma nokumufirira. Naye Katonda
atenderezesa okwagalakwe ye gyetuli, kubanga
bwetwali nga tukyalina ebibi Masiya natufirira.
9 Kale okusinga enyo kakano bwetwawebwa obu-
tukirivu mu musaigwe, tugenda kulokoka mu
10 busungu kububwe. Kuba obanga, bwetwali
tukyali balabe, twatabaganywa ne Katonda
olwokufa Kwomwanawe, okusinga enyo bwetwa-
11 tabaganywa tulirokoka mu bulamubwe; so si
ekyo kyoka, era naye nga twenyumiririza mu
Katonda kubwa Mukama wafe Isa Masiya, atu-
weseza kakano okutabagana.
12 Olwebyo, nga kubwomuntu omu ekibi bwe-
kyaingira munsi, okufa nekuingira olwekibi,
bwekutyo okufa nekubuna ku bantu bona, ku-
13 banga bona bayonona: kubanga okutusa ku

mateka ekibi kyali munsi: naye ekibi tekibalibwa, awataba mateka. Naye okufa kwafuga 14
okuva ku Adamu okutusa ku Musa, era ne kwabo abatasobya mu ngeri eyokwonona kwa Adamu, ye kye kifananyi kyoyo agenda okuja. Naye ngokwonona kuli (bwekyali), era nekirabo 15
(tekyali) bwekityo. Kuba obanga olwokwonona kwomu abafa bangi, okusinga enyo ekisa kya Katonda nekirabo mu kisa kyomuntu oli omu Isa Masiya kyasukirira okubuna abangi. Era 16
nga (bwekwaja) kubwomu eyayonona, ekirabo (tekyali) bwekityo: kubanga omusango gwava kwomu okusinga, naye ekirabo nekiva mu byonono ebingi okuwesa obutukirivu. Kuba oba- 17
nga olwokwonona kwomu okufa kwafuga kubwomu, okusinga enyo abo abawebwa ekisa ekisukirivu nekirabo ekyobutukirivu balifuga mu bulamu kubwoyo omu Isa Masiya. Kale 18
bwekityo ngolwokwonona kwomu (omusango) bwegwasinga abantu bona, bwekityo nolwobutukirivu bwomu (ekirabo kyali) ku bantu bona okuwesa obutukirivu bwobulamu. Kuba 19
ngolwobutawulira bwomuntu omu oli abangi bwebafuka ababi, bwekityo nolwokuwulira kwoyo omu abangi balifuka abatukirivu. Era 20
namateka negaingira, okwonona kusukirire; naye ekibi wekyasukirira, ekisa nekisinga okusukirira: ngekibi bwekyafuga mu kufa, era 21
nekisa bwekityo kiryoke kifuge olwobutukirivu okuwesa obulamu obutagwawo, kubwa Isa Masiya Mukama wafe.

6.

Kale tunayogera tutya? Tunyikire okukola 1
ekibi ekisa kyeyongere? Kitalo. Abafa ku 2

3 kibi, tunabera tutya abalamu mukyo nate? Oba
temumanyi nga fe fena, ababatizibwa okuingira
mu Masiya Isa, nga twabatizibwa kuingira mu
4 kufakwe? Kyetwava tuzikibwa awamu naye mu
kubatizibwa okuingira mu kufa: nga Masiya
bweyazukizibwa mu bafu olwekitibwa kya Kita-
we, bwetutyo nafe tutambulire mu bulamu obu-
5 gya. Kuba obanga twagatibwa wamu (naye) mu
kifananyi kyokufakwe, era (tuligatibwa) ne (mu
6 kifananyi) kyokuzukirakwe; bwetumanya kino
ngomuntu wafe oweda yakomererwa wamu
(naye), omubiri gwekibi gulyoke gugyibwewo,
7 tuleme okubera nate abadu bekibi; kubanga afa
8 nga takyaliko musango eri ekibi. Naye obanga
twafira wamu ne Masiya, era tukiriza nga tuli-
9 bera balamu wamu naye; bwetumanyi nga
Masiya yamala okuzukizibwa mu bafu takyafa
10 nate; okufa tekukyamufuga. Kubanga okufa
kweyafa yafa ku kibi omulundi gumu: naye
11 obulamu bwalina, alinabwo eri Katonda. Bwe-
mutyo namwe mwerowoze okubera abafa ku kibi,
naye abalamu eri Katonda mu Masiya Isa.
12 Kale ekibi kireme okufuga mu mubiri gwa-
mwe ogufa, okuwulira okwegomba kwagwo:
13 so temuwayo bitundu byamwe eri ekibi okuba
ebyokukoza obutali butukirivu; naye mweweyo
eri Katonda, ngabalamu abava mu bafu, nebitu-
ndu byamwe okuba ebyokukoza obutukirivu eri
14 Katonda. Kubanga ekibi tekiriba mukama
wamwe; kubanga amateka sige gabafuga, wa-
bula ekisa.
15 Kale kiki? tukole ekibi, kubanga amateka
16 sige gatufuga, wabula ekisa. Kitalo. Temu-
manyi nga gyemwewa (okuba) abadu boku-
wulira, muli badu boyo gwemuwulira, oba

abekibi okuleta okufa, oba abokuwulira okuleta obutukirivu? Naye Katonda yebale, kubanga mwali badu ba kibi, naye mwawulira mu mutima engeri eyo eyokuigirizibwa gyemwawebwa; awo bwemwawebwa edembe okuva mu kibi, nemufuka abadu bobutukirivu. Njogera mu buntu olwobunafu bwomubiri gwamwe: kuba nga bwemwawayo ebitundu byamwe (okuba) abadu eri obugwagwa neri obujemu okujema, bwemutyo kakano muweyo ebitundu byamwe (okuba) abadu eri obutukirivu okutukuzibwa. Kubanga bwemwali abadu bekibi, mwali ba dembe eri obutukirivu. Kale bibala ki byemwalina mu biro biri ebyebigambo ebibakwasa ensonyi kakano? kubanga enkomerero yabyo kufa. Naye kakano bwemwawebwa edembe okuva mu kibi, nemufuka abadu ba Katonda, mulina ebibala byamwe mu kutukuzibwa, nenkomerero bulamu obutagwawo. Kubanga empera yekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutagwawo mu Masiya Isa Mukama wafe.

17 18 19 20 21 22 23

7.

Oba temumanyi, aboluganda [kubanga ng'amba abategera amateka], ngamateka gafuga omuntu ngakyali mulamu? Kubanga omukazi afugibwa bawe asibibwa amateka eri bawe ngakyali mulamu; naye bawe bwafa, ngasumuludwa mu mateka ga bawe. Kale bwekityo bawe bwaba akyali mulamu bwaliba nomusaja omulala, aliitibwa mwenzi: naye bawe bwafa, nga wa busa eri amateka, obutaba mwenzi bwaba nomusaja omulala. Bwekityo, baganda

1 2 3 4

bange, era namwe mwafa ku mateka olwomubiri gwa Masiya, mubere nomulala, yoyo eyazukizibwa mu bafu, tulyoke tumubalire ebibala
5 Katonda. Kubanga bwetwali mu mubiri, okwegomba okubi, okuliwo olwamateka, kwakola mu bitundu byafe okubalira ebibala okufa.
6 Naye kakano twasumululwa mu mateka, bwetwafa kwekyo ekyali kitufuga, fe tubere abadu mu bugya obwomwoyo, so si mu nukuta ezeda.
7 Kale tunayogera tutya? Amateka kye kibi? Kitalo. Naye sanditegede kibi, wabula mu mateka: kubanga sandimanye kwegomba, singa amateka tegayogera nti Tewegombanga:
8 naye ekibi, bwekyalaba wekiima, nekikola munze olwamateka okwegomba kwona: kubanga
9 awataba mateka ekibi nga kifude. Nange eda nali mulamu awatali mateka: naye ekiragiro
10 bwekyaja, ekibi nekizukira, nange nenfa; nekiragiro (ekyali) ekyokuleta obulamu, ekyo nekira-
11 bika gyendi ekyokuleta okufa: kubanga ekibi, bwekyalaba wekiima olwekiragiro, nekinimba,
12 nekinzita olwekyo. Bwekityo amateka matukuvu, nekiragiro kitukuvu, kitukirivu, kirungi.
13 Kale ekirungi kyafuka kufa gyendi? Kitalo. Naye ekibi, kirabike (okuba) ekibi, kubanga kye kyandetera okufa mu kirungi;—ekibi kiryoke kyeyongere okubera ekibi olwekiragiro.
14 Kubanga tumanyi ngamateka ge gomwoyo: naye nze ndi wa mubiri, natundibwa okufugibwa
15 ekibi. Kubanga kyenkola, sikimanyi: kubanga kyenjagala si kyenkola; naye kyenkyawa kye-
16 nkola. Naye obanga kyesagala kyenkola, nzi-
17 kiriza amateka nga malungi. Kale kakano sinze nkikola nate, wabula ekibi ekitula munze.
18 Kubanga manyi nga munze, gwe mubiri gwange,

temutula kirungi: kubanga okwagala kumbera
kumpi, naye okukola ekirungi tewali. Kubanga 19
kyenjagala ekirungi sikikola: naye kyesagala
ekibi kyenkola. Naye obanga kyesagala kye- 20
nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekitula
munze. Bwekityo ndaba eteka nti nze bwenja- 21
gala okukola ekirungi, ekibi kumbera kumpi.
Kubanga nsanyukira amateka ga Katonda mu 22
muntu owomunda: naye ndaba eteka edala mu 23
bitundu byange nga lirwana neteka lyamagezi
gange, era nga lindeta mu bufuge wansi weteka
lyekibi eriri mu bitundu byange. Nze nga ndi 24
muntu munaku! ani alindokola mu mubiri
ogwokufa kuno? Mwebaza Katonda kubwa Isa 25
Masiya Mukama wafe. Kale bwekityo nze
nzeka mu magezi ndi mudu wa mateka ga
Katonda, naye mu mubiri wa teka lya kibi.

8.

Kale kakano tebaliko musango abali mu 1
Masiya Isa. Kubanga eteka Eryomwoyo gwo- 2
bulamu mu Masiya Isa lyanfula owedembe oku-
nziya mu teka lyekibi neryokufa. Kubanga 3
amateka kyegatainza, kubanga manafu olwomu-
biri, Katonda, bweyatuma Omwanawe ye mu
kifananyi kyomubiri ogwekibi era olwekibi, na-
salira omusango ekibi mu mubiri: obutukirivu 4
bwamateka bulyoke butukirizibwe mufe, abata-
tambula kugoberera mubiri, wabula omwoyo.
Kubanga abagoberera omubiri, balowoza bya 5
mubiri; naye abagoberera omwoyo, bya mwoyo.
Kubanga okulowoza kwomubiri kwe kufa; naye 6
okulowoza kwomwoyo bwe bulamu nemirembe:
kubanga okulowoza kwomubiri bwe bulabe eri 7

Katonda; kubanga tekufugibwa mateka ga Ka-
8 tonda, kubanga nokuinza tegakuinza: nabo abali
mu mubiri tebainza kumusanyusa Katonda.
9 Naye mwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo,
obanga Omwoyo gwa Katonda atula mumwe.
Naye omuntu bwataba na Mwoyo gwa Masiya,
10 oyo si wuwe. Era obanga Masiya (ali) mumwe,
omubiri nga gufude olwekibi; naye omwoyo bwe
11 bulamu olwobutukirivu. Naye obanga Omwoyo
gwoyo eyazukiza Isa mu bafu atula mumwe, oyo
eyazukiza Masiya Isa mu bafu, era nemibiri
gyamwe egifa aligifula emiramu Kubwomwoyo-
gwe atula mumwe.
12 Kale no, abaluganda, tulina ebanja; omubiri
13 sigwe gutubanja, okugoberera omubiri: kubanga
bwemugoberera omubiri, mugenda kufa; naye
bwemufisa ebikolwa byomubiri Olwomwoyo, mu-
14 liba balamu. Kubanga bona abakulemberwa
Omwoyo gwa Katonda, abo be bana ba Katonda.
15 Kubanga temwawebwa nate mwoyo gwa budu
okutya, naye mwawebwa Omwoyo owokufuka
16 abana, atukabya nti Aba, Kitafe. Omwoyo ye
nyini wamu nomwoyo gwafe ategeza nga tuli
17 bana ba Katonda: naye bwetuli abana, era
(tuli) basika; abasika ba Katonda, era abasikira
awamu ne Masiya; bwetubonabonera awamu,
era tulyoke tuwerwe wamu ekitibwa.
18 Kubanga ngera ngokubonabona okwomubiro
bya kakati nga tekutuka kwenkanyankanya
19 nekitibwa ekigenda okutubikulirwa fe. Kuba-
nga okutunulira enyo okwebitonde kulindirira
20 okubikulirwa kwabana ba Katonda. Kubanga
ebitonde byatekebwa okufugibwa obutalimu, si
lwa kwagala kwabyo wabula kubwoyo eyabi-
21 fugisa, mu kusubira nga era nebitonde bye nyini

biriwebwa edembe okuva mu kufugibwa okuvunda okuingira mu dembe eryckitibwa kyabana ba Katonda. Kubanga tumanyi ngebitonde 22
byona bisinda era birumirwa wamu okutusa kakano. Era si ekyo kyoka, naye era nafe, aba- 23
lina ebibala ebiberyeberye Ebyomwoyo, era nafe tusinda munda yafe, nga tulindirira okufuka abana, kwe kununulibwa kwomubiri gwafe. Kubanga twalokoka mu kusubira: naye ekisu- 24
birwa ekirabika si kusubira: kubanga ani asubira kyalabako? Naye bwetusubira kyetutala- 25
bako, tukirindirira nokugumikiriza.

Era bwekityo Omwoyo atubera obunafu bwafe: 26
kubanga tetumanyi kusaba nga bwekitugwanira; naye Omwoyo ye nyini atuwolereza nokusinda okutayogerekeka; naye akebera emitima amanyi 27
okulowoza Kwomwoyo bwekuli, kubanga abawolereza abatukuvu nga Katonda (bwayagala). Era tumanyi nga byona abibakolera wamu oku- 28
leta obulungi abo abagala Katonda, abaitibwa nga bweyatesa eda. Kubanga beyamanya eda, 29
era yabawula da okufananyizibwa nengeri Yomwanawe, abere omuberyeberye mu boluganda abangi: era beyayawula eda, era abo yabaita: 30
era beyaita, era abo yabawa obutukirivu: era beyawa obutukirivu, era abo yabawa ekitibwa.

Kale tunayogera tutya kwebyo? Katonda 31
bwabera kulwafe, omulabe wafe ani? Atagana 32
Mwanawe ye, naye namuwayo kulwafe fena, era talitugabira bintu byona wamu naye? Ani 33
aliropa abalonde ba Katonda? Katonda abawa obutukirivu? ani alibasalira omusango? Masiya 34
Isa eyafa, oba okusinga eyazukira, ali ku mukono ogwadyo ogwa Katonda, era atuwolereza. Ani 35
alitwawukanya nokwagala kwa Masiya? kulaba

naku, oba kulumwa, oba kuiganyizibwa, oba njala, oba kuba bwerere, oba kabi, oba kitala?
36 Nga bwekyawandikibwa nti
Tutibwa obude okuziba okutulanga gwe;
Twabalibwa ngendiga ezokusalibwa.
37 Naye mwebyo byona tuwangude nokukirawo
38 kubwoyo eyatwagala. Kubanga ntegerede dala nga newakubade okufa, newakubade obulamu, newakubade bamalaika, newakubade abafuga, newakubade ebiriwo, newakubade ebigenda oku-
39 bawo, newakubade amanyi, newakubade obugulumivu, newakubade okugenda wansi, newakubade ekitonde kyona ekirala, tebiriinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Masiya Isa Mukama wafe.

9.

1 Njogera amazima mu Masiya, sirimba, omwoyo gwange nga guntegereza mu Mwoyo Omu-
2 tukuvu, nga nina enaku nyingi nokulumwa
3 okutamala mu mutima gwange. Kubanga nandyagade nze mwene okukolimirwa Masiya olwa baganda bange, abekika kyange mu mubiri:
4 be Baisiraeri; abawebwa okufuka abana, nekitibwa, nendagano, nokutekerwa amateka, noku-
5 wereza (Katonda), nebyasubizibwa; abalina bajaja abo, era omwava Masiya mu mubiri, afuga byona, Katonda atenderezebwa emirembe
6 gyona. Amina. Naye si kubanga ekigambo kya Katonda kyavawo. Kubanga abava mu
7 Isiraeri, sibe Baisiraeri bona: so si kubanga lye zade lya Ibulaimu, kyebava babera abana bona: naye, Mu Isaka ezaderyo mweriiitirwa.
8 Kwe kugamba nti abana abomubiri, abo sibe

bana ba Katonda; naye abana bokusubiza be
babalibwa okuba ezade. Kubanga ekigambo 9
kino kye kyokusubiza, nti Ngebiro ebyo bwe-
biri ndija, ne Sala aliba nomwana. Naye si 10
ekyo kyoka; era naye ne Lebeka bweyalina
olubuto olwomu, Isaka jaja wafe—kubanga nga 11
tebanazalibwa, songa tebanakola kirungi oba
kibi, okutesa kwa Katonda mu kulonda kulyoke
kunyuwere, si lwa bikolwa, wabula kubwoyo
aita, nagambibwa nti Omukulu aliba mudu wa 12
muto. Nga bwekyawandikibwa nti Yakobo 13
namwagala, naye Esau namukyawa.

Kale tunayogera tutya? Obutali butukirivu 14
buli eri Katonda? Kitalo. Kubanga agamba 15
Musa nti Ndisasira gwendisasira, era ndikwa-
tirwa ekisa gwendikwatirwa ekisa. Kale bwe- 16
kityo si kyoyo ayagala newakubade aduka,
wabula kya Katonda asasira. Kubanga ebya- 17
wandikibwa bimugamba Falao nti Kyenava
nkuimiriza, ndyoke njoleseze amanyi gange mu-
gwe, era erinya lyange liryoke libulirwe munsi
zona. Kale bwekityo asasira gwayagala (oku- 18
sasira), era akakanyaza gwayagala (okukaka-
nyaza).

Kale onong'amba nti Kiki ekimunenyesa nate? 19
Kubanga ani aziiza byayagala? Naye ekisinga, 20
gwe omuntu, gwani awakana ne Katonda? Eki-
bumbe kirigamba eyakibumba nti Kiki ekyaku-
nkoza bwoti? Oba omubumbi talina buinza 21
ku bumba, mu kitole kimu okukola ekibya kimu
ekyekitibwa, nekirala ekyensonyi? Kiki, oba- 22
nga Katonda bweyayagala okulaga obusungu-
bwe, nokumanyisa obuinzabwe, yagumikiriza
nokulindirira enyo ebibya ebyobusungu eby-
tekerwatekerwa okuzikirira: alyoke amanyise 23

obugaga obwekitibwakye ku bibya ebyokusa-
24 sirwa, byeyatekeratekera eda ekitibwa, (ye) fe,
nokuita beyaita, si mu Bayudaya boka, era naye
25 ne mu bamawanga? Era nga bwayogera mu
Kosea nti

Ndibaita abantu bange, abatali bantu bange;
Era atayagalwa, ayagalidwa.

26 Awo mu kifo kyebagambirwamu nti Mwe te-
muli bantu bange,
Mwebaliitirwa abana ba Katonda omulamu.

27 Era Isaya ayogerera wagulu ebya Isiraeri nti
Omuwendo gwabana ba Isiraeri eba guliba ngo-
musenyu gwenyanja, ekitundu ekirisigalawo
28 kye kirirokoka: kubanga Mukama alikola eki-
gambokye kunsi, ngakitukiriza era ngakisa-
29 lako. Era nga Isaya bweyasoka okwogera nti

Singa Mukama owegye teyatulekerawo zade,
Twandifuse nga Sodoma, era twandifananyi-
zibwa nga Gomola.

30 Kale tunayogera tutya? Nti abamawanga,
abatagoberera butukirivu, batuka ku butuki-
31 rivu, bwe butukirivu obuva mu kukiriza: naye
Isiraeri, mu kugoberera amateka agobutukirivu,
32 teyatuka ku mateka (gali). Lwa ki? Kuba-
nga (tebabugoberera) nga baima mu kukiriza,
wabula nga mu bikolwa. Besitala ku jinja
33 eryo erisitalwako: nga bwekyawandikibwa nti

Laba, nteka mu Sayuni ejinja erisitalwako
nolwazi olugwisa:
Era amukiriza oyo talikwasibwa nsonyi.

10.

1 Abaluganda, kyenjagala mu mutima gwange
era kyensaba Katonda kulwabwe kye kino,

balokoke. Kubanga mbategeza nga balina oku- 2
munyikiririra Katonda, naye si mu kutege-
ra. Kubanga bwebatamanya butukirivu bwa 3
Katonda, era bwebagezako okutereza obutuki-
rivu bwabwe bo be nyini, tebagondera butuki-
rivu bwa Katonda. Kubanga Masiya ye nko- 4
merero yamateka olwokuwesa obutukirivu buli
akiriza. Kubanga Musa awandika obutukirivu 5
obuva mu mateka nti abukola yaliba omulamu
mubwo. Naye obutukirivu obuva mu kukiriza 6
bwogera bwebuti nti Toyogeranga mu mutima-
gwo nti Ani alirinya mu gulu? [kwe kuleta
Masiya wansi;] newakubade nti Ani alika ema- 7
gombe? [kwe kulinyisa Masiya mu bafu.] Naye 8
bwogera butya? Ekigambo kiri kumpi nawe,
mu kamwako, ne mu mutimagwo: kye kigambo
ekyokukiriza kyetubulira. kubanga bwoyatula 9
Isa (nga ye) Mukama nakamwako, nokiriza mu
mutimagwo nti Katonda yamuzukiza mu bafu,
olirokoka: kubanga omuntu akiriza na mutima 10
okuwebwa obutukirivu, era ayatula na kamwa
okulokoka. Kubanga ebyawandikibwa byogera 11
nti Buli amukiriza talikwasibwa nsonyi. Ku- 12
banga tewali njawulo ya Muyudaya na Muyo-
nani: kubanga omu ali Mukama wabwe bona,
ye mugaga eri abo bona abamukabirira: kuba- 13
nga, Buli alikabirira erinya lya Mukama alire-
koka. Kale balimukabirira batya gwebatanaki- 14
riza? era balimukiriza batya gwebatanawuli-
rako? era baliwulira batya awatali abulira? era 15
balibulira batya nga tebatumidwa? nga bwe-
kyawandikibwa nti Ebigere byabwe nga birungi
nyo ababulira enjiri eyebirungi!

Naye tebagondera njiri bona. Kubanga Isa- 16
ya ayogera nti Mukama, ani eyakiriza ekigambo

17 kyafe? Kale okukiriza kuva mu kuwulira, no-
18 kuwulira mu kigambo kya Masiya. Naye njogera nti Tebawulira? Wewawo, dala,
Edobozi lyabyo lyabuna munsi zona,
Nebigambo byabyo okutuka ku nkomerero zetaka.
19 Naye njogera nti Isiraeri teyamanya? Musa ye yasoka okwogera nti
Ndibakwasa obugya eri abatali ba gwanga,
Eri egwanga eritalina magezi ndibasunguwaza.
20 Era Isaya aguma nyo nayogera nti
Navumbulibwa abo abatanonyanga,
Nalagibwa eri abo abatambulirizangako.
21 Naye eri Isiraeri ayogera nti Obude okuziba nagololera emikono gyange abantu abatawulira era abagana.

11.

1 KALE njogera nti Katonda yagoba abantube? Kitalo. Kubanga era nange ndi Muisiraeri, wa mu zade lya Ibulaimu, wa mu kika kya Benya-
2 mini. Katonda teyagoba bantube beyamanya eda. Oba temumanyi ebya Eriya ebyawandikibwa bwebyogera? bweyasaba Katonda (ngayo-
3 gera) ku Baisiraeri nti Mukama, babata banabibo, nebasula ebyotobyo: nange nfisewo nzeka,
4 era banonya obulamu bwange. Naye okudamu kwa Katonda kumugamba kutya? Nze nefisiri'zawo abasaja kasanvu, abatafukamiriranga Ba-
5 ali. Kale bwekityo era ne mu biro bino waliwo ekitundu ekyafikawo mu kulonda okwekisa.
6 Naye obanga lwa kisa, si lwa bikolwa nate: oba-
7 nga si bwekityo, ekisa si kisa nate. Kale kiki? Isiraeri kyeyanonya, teyakiraba; naye abalo-

ndebwa bakiraba, abalala nebakakanyazibwa:
nga bwekyawandikibwa nti Katonda yabawa 8
omwoyo ogwokubongota, amaso agobutalaba,
namatu agobutawulira, okutusa ku lunaku lwa
lero. Era Daudi ayogera nti 9

Ediro lyabwe libafukire akakunizo nekigu,
Nenkonge, nempera gyebali:
Amaso gabwe gasikirizibwe obutalaba, 10
Era obakutamyenga omugongo gwabwe bulijo.

Kale njogera nti Kyebava besitala balyoke 11
bagwe? Kitalo: naye olwokwonona kwabwe
obulokozi kyebwava buja eri abamawanga, oku-
bakwasa obugya. Naye obanga okwonona kwa- 12
bwe bwe bugaga bwensi, nokuwebuka kwabwe
bwe bugaga bwabamawanga; okutukirira kwa-
bwe tekusinga nyo?

Naye mbagamba mwe abamawanga. Kale 13
kubanga nze ndi mutume wa bamawanga, ngu-
lumiza okuwereza kwange: bwendiraba ekiga- 14
mbo kyona kyendibakwasisa obugya abomubiri
gwange, nendokola abamu mubo. Kuba oba- 15
nga okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi,
okusembezebwa kwabwe kiki, wabula obulamu
mu bafu? Era ebibala ebiberyeberye bwebiba 16
ebitukuvu, era nekitole (kitukuvu): era ekikolo
bwekiba ekitukuvu, era namatabi (matukuvu).
Naye obanga amatabi agamu gawogolebwa, 17
nawe, eyali omuzeituni ogwomunsiko, wasimbi-
bwa mugo, nogata wamu nago ekikolo ekyobu-
gevu obwomuzeituni; tewenyumiririza ku ma- 18
tabi: naye bwewenyumiriza, si gwe wetise eki-
kolo, naye ekikolo (kye kyetise) gwe. Kale 19
onoyogera nti Amatabi kyegava gawogolwa nze
nsimbibweko. Wewawo; gawogolwa lwa buta- 20
kiriza, nawe onyuwede lwa kukiriza. Tewegu-

21 lumizanga, naye tya: kuba obanga Katonda te-
yasasira matabi ga buzaliranwa, era nawe tali-
22 kusasira. Kale laba obulungi nobukambwe
bwa Katonda: eri abagwa, bukambwe; naye
eri gwe bulungi bwa Katonda, bwoliberera mu
bulungibwe: (bwotoliberera), nawe oliwogolwa.
23 Era nabo, bwebataliberera mu butakiriza bwa-
bwe balisimbibwawo: kubanga Katonda ainza
24 okubasimbawo nate. Kuba obanga gwe wawo-
golwa ku muzeituni ogwali ogwomunsiko mu
buzaliranwa, nosimbibwa mu muzeituni omulu-
ngi obutagoberera buzaliranwa, abo, abobuzali-
ranwa, tebalisinga nyo kusimbibwa mu muzei-
tuni gwabwe bo?

25 Kubanga sagala mwe, aboluganda, obutama-
nya kyama kino, muleme okubera abamagezi
mu (maso) gamwe mweka, ngobukakanyavu
bwababerako Abaisiraeri mu kitundu, okutusa
26 okutukirira kwabamawanga lwekulituka; era
bwekityo Abaisiraeri bona balirokoka: nga
bwekyawandikibwa nti

Muliva mu Sayuni awonya;
Aligyawo obutatya Katonda mu Yakobo:
27 Era eno ye ndagano yange eri bo,
Bwendibagyako ebibi byabwe.

28 Mu njiri, be balabe kulwamwe: naye mu kulo-
29 ndebwa, bagalwa kulwa bajaja. Kubanga ebira-
30 bo nokuita kwa Katonda tebyejusibwa. Kuba
nga mwe eda bwemutawulira Katonda, naye ka-
31 kati musasidwa olwobutawulira bwabo, bwekityo
nabo kakati tebawulide, mu kusasirwa kwamwe
32 kakati nabo balyoke basasirwe. Kubanga Kato-
nda yabasiba bona mu butawulira, alyoke abasa-
sire bona.

33 Obuziba bwobugaga obwamagezi nobwokuma-

nya kwa Katonda (tomanyi) bwebuli! emisangogye nga tegikeberekeka, namakuboge nga tege kanyizika! Kubanga ani eyali amanye amagezi 34
ga Mukama? oba ani eyali amuwerede ebigambo? oba ani eyali asose okumuwa (ekintu), era 35
alidizibwa nate? Kubanga byona biva gyali, era 36
biita gyali, era bituka gyali. Ekitibwa (kibere) gyali emirembe gyona. Amina.

12.

Kyenvude mbegairira, aboluganda, olwokusasira kwa Katonda, okuwayo emibiri gyamwe, esadaka enamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuwereza kwamwe okwamagezi. So temufananyizibwa ngemirembe gino: naye mukyusibwe olwokufula amagezi gamwe amagya, mulyoke mukeme bwebiri Katonda byayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebitufu.

Kubanga njogera, olwekisa kyenawebwa, eri buli muntu ali mumwe, aleme okwerowoza okusinga bwekimugwanide okulowoza; naye okulowoza nga yegendereza, nga Katonda bweyagabira buli muntu ekigero kyokukiriza. Kuba nga bwetulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, naye ebitundu byona tebirina mulimu gumu: bwekityo fe abangi tuli omubiri gumu mu Masiya, na buli muntu (tuli) ebitundu bya banafe feka na feka. Era bwetulina ebirabo ebitenkanankana ngekisa kyetwawebwa bwekiri, oba bunabi, (tubulire) mu kigero kyokukiriza kwafe; oba kuwereza, (tunyikire) mu kuwereza kwafe; oba aigiriza, (anyikire) mu kuigirizakwe; oba abulirira, mu kubulirirakwe: agaba, (agabe) awatali bukusa; afuga, (afuge) nokunyikira;

9 asasira, (asasire) nesanyu. Okwagala kubere
kwa mazima. Mukyawe obubi, mwegate nobu-
10 lungi. Mu kwagala kwaboluganda mwagalane
mweka na mweka; mu kitibwa buli muntu agu-
11 lumize mune; mu kunyikira si bagayavu; aba-
sanyufu mu mwoyo; nga mubera badu ba Mu-
12 kama wafe; musanyuke mu kusubira; mugu-
mikirize mu bunaku; munyikire mu kusaba;
13 mugabire abatukuvu byebetaga; mugoberere
14 okwaniriza abagenyi. Musabire ababaiganya;
15 musabire, so temukolimanga. Musanyukire
wamu nabo abasanyuka; mukabire wamu nabo
16 abakaba. Mulowoze bumu mweka na mweka.
Temulowozanga bikulu, naye mugende nabo aba-
talina bukulu. Temubanga ba magezi mu
17 (maso) gamwe mweka. Temuwalananga muntu
kibi olwekibi. Mwetegeke ebirungi mu maso
18 gabantu bona. Obanga kiinzika, ku luwi lwa-
19 mwe, mutabagane nabantu bona. Temuwalana-
nga mweka gwanga, abagalwa, naye wakiri mu-
segulire obusungu: kubanga kyawandikibwa nti
Okuwalana kwange; nze ndisasula, bwayogera
20 Mukama. Naye omulabewo bwalumwa enjala,
mulisenga; bwalumwa enyonta, munywesenga:
kubanga bwokola bwotyo, olimukumira amanda
21 gomuliro ku mutwegwe. Towangulwanga bubi,
naye wangula obubi olwobulungi.

13.

1 Buli muntu awulire abakulu abafuga: kuba-
nga tewali bukulu butava eri Katonda; (nabaku-
2 lu) abaliwo bālagirwa Katonda. Awakanya
obukulu kyava awakanya okulagira kwa Kato-
nda: era abawakana bali'za musango kubo boka.

Kubanga abafuga si ba kutisa mu kikolwa ekirungi, wabula mu kibi. Era oyagala obutatya bukulu? kola bulungi, alikusima: kubanga ye 3 4
muwereza wa Katonda eri gwe olwobulungi. Naye bwokola obubi, tya; kubanga takwatira ekitala bwerere: kubanga ye muwereza wa Katonda, awalana obusungu kwoyo akola obubi. Kyekivude kibagwanira okuwulira, si lwa busungu bwoka, naye era kulwomwoyo (gwamwe). 5
Era kyemuva muwa omusolo; kubanga be bawereza ba Katonda, nga banyikirira mu mulimu ogwo. Musasule bona amabanja gabwe: abomusolo musolo; abempoza mpoza; abokutibwa kutya; abekitibwa kitibwa. 6 7

Temuberanga na banja lyona eri omuntu yena, wabula okwagalana: kubanga ayagala muntu mune, ngatukiri'za amateka. Kubanga kino nti Toyendanga, totanga, tobanga, tewegombanga, neteka edala lyona, ligatidwa mu kino, nti Yagala muntu muno nga bweweyagala weka. Okwagala tekukola bubi muntu mune: okwagala kyekuva kutukiriza amateka. 8 9 10

Era (mukole) bwemutyo, kubanga mumanyi ebiro, ngobude butuse kakano mwe okuzukuka mu tulo: kubanga kakano obulokozi bwafe buli kumpi okusinga bwetwakiriza. Ekiro kiise, obude bunatera (okukya): kale twambule ebikolwa ebyekizikiza, era twambale ebyokulwanyisa ebyomusana. Tutambule nga tuwomye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ezokutamira, si mu bwenzi nobukaba, si mu kuyomba nobugya. Naye mwambale Mukama wafe Isa Masiya, so temutegekera mubiri, olwokwegomba. 11 12 13 14

14.

1 Naye atali munyuwevu mu kukiriza mumusembeze, (naye) si lwa kusala musango gwa mpa-
2 ka. Omulala akiriza nokulya nalya byona:
3 naye atali munyuwevu alya nva. Alya tanyomanga atalya; era atalya tamusaliranga musango
4 alya: kubanga Katonda yamusembeza. Gwani asalira omusango omudu wa bene? eri mukamawe yeka aimirira oba agwa. Naye aliimirira;
kubanga Mukama wafe ainza okumuimiriza.
5 Omuntu omulala alowoza olunaku (olumu) okusinga olulala, omulala alowoza enaku zona (okwenkanankana). Buli muntu ategerere dala mu
6 magezige yeka. Alowoza olunaku, alulowoza kubwa Mukama (wafe): naye alya, alya kubwa Mukama (wafe), kubanga amwebaza Katonda;
naye atalya, talya kubwa Mukama (wafe), era
7 amwebaza Katonda. Kubanga tewali muntu mufe eyeberera omulamu kububwe yeka, era tewali eye-
8 fira kububwe yeka. Kubanga bwetubera abalamu, tuba balamu kubwa Mukama wafe; oba bwetufa,
tufa kubwa Mukama wafe: kale, bwetuba abala-
9 mu, oba bwetufa, tuba ba Mukama wafe. Kubanga Masiya kyeyava afa nabera omulamu,
10 alyoke abere Mukama wabafu era nabalamu. Naye gwe kiki ekikusaliza omusango mugandawo!
oba nawe kiki ekikunyomesa mugandawo? kubanga fena tuliimirira mu maso gentebe eyemisango
11 eya Katonda. Kubanga kyawandikibwa nti

Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama,
buli vivi lirinfukamirira,
Na buli lulimi lulyatula eri Katonda.

Kale bwekityo buli muntu mufe alibalirira 12
omuwendogwe yeka eri Katonda.

Kale tuleme okusalira banafe emisango nate 13
feka na feka: naye wakiri musale omusango
guno, obutaletera wa luganda ekisitaza oba
nkonge. Manyi era ntegerede dala mu Mukama 14
wafe Isa, nga tewali kintu kya muzizo mu bu-
wangwa bwakyo: wabula eri oyo akirowoza nga
kya muzizo, kiba kya muzizo. Kuba obanga 15
mugandawo anakuwala olwemere, nga tokyata-
mbula mu kwagala. Tomuzikiriza lwa mereyo
oyo Masiya gweyafirira. Kale ekirungi kya- 16
mwe kireme okuvumibwa: kubanga obwaka- 17
baka bwa Katonda sikwe kulya nokunywa,
wabula butukirivu na mirembe na sanyu mu
Mwoyo Omutukuvu. Kubanga abera omudu 18
wa Masiya bwati asanyusa nyo Katonda, na-
ba ntu bamusima. Kale bwekityo tugoberere 19
ebyemirembe, nebyokuzimbagana feka na feka.
Toyononanga mulimu gwa Katonda lwa mere. 20
Byona birungi; naye kiriba kibi eri oyo alya
nga yesitala. Kirungi obutalya nyama newa- 21
kubade okunywa omwenge, newakubade okukola
byona ebisitaza mugandawo oba ebimunyiza
oba ebimunafuya. Okukiriza kwolina, bera na- 22
kwo weka mu maso ga Katonda. Oyo alina
omukisa atesalira musango mu kigambo kya-
sima. Naye oyo abusabusa a'za musango bwa- 23
lya, kubanga talya mu kukiriza; na buli ekitava
mu kukiriza, kye kibi.

15.

Era fe abalina amanyi kitugwanide okwetika 1
obunafu bwabo abatalina manyi, so si kwesa-
nyusa feka. Buli muntu mufe asanyusenga 2

3 mune mu bulungi olwokuzimba. Kubanga era
ne Masiya teyesanyusa yeka; naye, nga bwe-
kyawandikibwa, Ebivume byabwe abakuvuma
4 byagwa kunze. Kubanga byona ebyawandiki-
bwa eda, byawandikibwa kutuigiriza fe, tu-
lyoke tubere nokusubira mu kugumikiriza ne
5 mu kusanyusa kwebyawandikibwa. Era Ka-
tonda wokugumikiriza nokusanyusa abawe mwe
okulowoza obumu mweka na mweka mu ngeri
6 ya Masiya Isa: mulyoke mumuwe ekitibwa Ka-
tonda, Kitawe wa Mukama wafe Isa Masiya,
7 nomwoyo ogumu nakamwa akamu. Kale mu-
sembezaganyenga mweka na mweka, nga Masi-
ya bweyabasembeza mwe, olwekitibwa kya Ka-
8 tonda. Kubanga njogera nti Masiya yali mu-
wereza wabakomole olwamazima ga Katonda,
9 okunyuweza ebyasubizibwa eri bajaja, era aba-
mawanga balyoke bamuwe Katonda ekitibwa
olwokusasira; nga bwekyawandikibwa nti

Kyendiva nkwatula mu bamawanga,
Era ndiimbira erinyalyo.

10 Era nate ayogera nti

Musanyuke, abamawanga, wamu nabantube.

11 Era nate nti

Mutendereze Mukama, mwe abamawanga
mwena;
Era ebika byona bimutendereze.

12 Era nate Isaya ayogera nti

Waliba ekikolo kya Yese,
Era aimirira okufuga abamawanga;
Oyo abamawanga gwebalisubira.

13 Era Katonda owokusubirwa abajuze mwe esa-
nyu lyona nemirembe mu kukiriza, mwe musu-
kirire mu kusubira, mu manyi Gomwoyo Omu-
tukuvu.

Era nange nze ntegerede dala ebyamwé, ba- 14
ganda bange, nga namwe mujude obulungi, mujude okutegera kwona, nga muinza nokubuliriragana mweka na mweka. Naye neyongede 15
okuguma katono okubawandikira, nga kubajukiza nate, olwekisa kyenawebwa Katonda, nze 16
okubera omuwereza wa Masiya Isa eri abamawanga nga nkolera enjiri ya Katonda omulimu gwa kabona, sadaka yabamawanga eryoke esimibwe ngetukuzibwa Omwoyo Omutukuvu.
Kale okwenyumiriza ninakwo mu Masiya Isa 17
mu bya Katonda. Kubanga siryang'anga kwo- 18
gera kigambo kyona wabula Masiya byeyankoza, olwokuwulira kwabamawanga, mu kigambo ne mu kikolwa, mu manyi gobubonero 19
nebyamagero, mu manyi Gomwoyo Omutukuvu; bwekityo okuva mu Yerusalemi nokwetolola okutuka mu Iruliko, natukiriza enjiri ya Masiya; naye nga njagala ekitibwa (kino) 20
okubulira enjiri, si awayatulibwa erinya lya Masiya, neme okuzimba ku musingi gwa bene; naye nga bwekyawandikibwa nti 21

Baliraba abatabulirwanga bigambobye,
Era abatawulira balitegera.

Era kyenava nziizibwa emirundi emingi obu- 22
taja gyemuli: naye kakati, kubanga sikyalina 23
banga munsi zino, era kubanga okuva mu myaka mingi nali njagala okuja gyemuli, wendigendera mu Esipaniya [kubanga nsubira okuba- 24
laba nga mpitayo, mwe mumperekereko (okuntusa) eyo, bwendimala okubalabako nokubanyiwa katono]; naye kakati ngenda Eyerusalemi, 25
okuwereza abatukuvu. Kubanga Abemakedoni 26
Nabeakaya basima okusololeza ebintu abavu abomubatukuvu abali Eyerusalemi. Kubanga 27

basima ; era nga bababanja. Kuba obanga abamawanga basekimu ebyabwe ebyomwoyo, ba-
28 babanja okubawereza nate ebyomubiri. Kale bwendimala ekyo, bwendibakwasiza dala ebibala ebyo, ndivayo, okuita ewamwe okugenda Esipa-
29 niya. Era manyi nga bwendija gyemuli, ndija mu mukisa gwa Masiya nga gutukiride.
30 Era mbegairide, aboluganda, kubwa Mukama wafe Isa Masiya, nolwokwagala Kwomwoyo, okufubira awamu nange mu kunsabira Katonda ;
31 ndyoke mpone mwabo abatawulira mu Buyudaya, nokuwereza kwange (kwentwala) Eyeru-
32 salemi kusimibwe abatukuvu ; ndyoke njije gyemuli nesanyu olwokwagala kwa Katonda,
33 mpumulire wamu namwe. Era Katonda owemirembe abere namwe mwena. Amina.

16.

1 Mbatendera Foibe mwanyinafe, ye muwereza
2 wekanisa eyomu Kenkerea : mulyoke mumwanirize mu Mukama (wafe), nga bwekibagwanide abatukuvu, era mumubere mu kigambo kyona kyalyetaga gyemuli : kubanga naye ye nyini yabera bangi, era nange mwene.
3 Mubalamuse Perisika ne Akula abakolera awa-
4 mu nange mu Masiya Isa, abawayo obulago bwabwe olwobulamu bwange ; besebaza nze nzeka,
5 era naye nekanisa zona ezabamawanga : era (mulamuse) ekanisa eyomunyumba yabwe. Mulamuse Epaineto, gwenjagala, kye kibala ekyoluberyeberye ekyomu Akaya eri Masiya.
6 Mulamuse Malyamu, eyabakolera mwe emirimu
7 emingi. Mulamuse Anduloniko ne Yuniya, abekika kyange, era abasibirwa awamu nange,

abamanyi mu batume, era abansoka okubera mu Masiya. Mulamuse Ampulinato, gwenjagala mu 8
Mukama (wafe). Mulamuse Ulibano, akolera 9
awamu nafe mu Masiya, ne Sitaku gwenjagala. Mulamuse Apere akirizibwa mu Masiya. 10
Mubalamuse abomu (nyumba ya) Alisitobulo. Mulamuse Kerodioni, owekika kyange. Mubala- 11
muse abomu (nyumba ya) Nalakiso, abali mu Mukama (wafe). Mulamuse Terufaina ne Te- 12
rufosa abakola emirimu mu Mukama (wafe). Mulamuse Peresi omwagalwa, eyakola emirimu emingi mu Mukama (wafe). Mulamuse Lufo, 13
eyalondebwa mu Mukama (wafe), ne nyinawe, ye mange. Mulamuse Asunkerito, Fulegoni, 14
Kereme, Pateroba, Kerema, naboluganda abali awamu nabo. Mulamuse Firologo ne Yuliya, 15
Nereu ne mwanyina, ne Olumpa, nabatukuvu bona abali awamu nabo. Mulamusagane noku- 16
nywegera okutukuvu. Ekanisa zona eza Masiya zibalamusi'za.

Era mbegairide, aboluganda, mutunulire abo 17
abaleta ebyokwawukanya nebyokusitaza, ebitali bya kuigiriza kwemwaiga: mubakube amabega abo. Kubanga abali ng'anga abo si badu ba 18
Mukama wafe Masiya, naye ba mbuto zabwe boka; era nebigambo ebirungi nebyokunyumya obulungi balimbalimba emitima gyabo abatalina kabi. Kubanga okuwulira kwamwe kwabuna 19
mu bona. Kyenvude mbasanyukira mwe: naye njagala mwe okubera abagezi mu bulungi, era abasirusiru mu bubi. Era Katonda owemirembe 20
alibetenta Setani wansi webigere byamwe mangu.

Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya kibere namwe.

Timoseo, akolera awamu nange, abalamusi'za; 21

ne Lukio ne Yasoni ne Sosipatera, abekika kya-
22 nge. Nze Teretio, awandise ebaluwa eno,
23 mbalamusi'za mu Mukama (wafe). Gayo, ansuza
24 nze nekanisa yona, abalamusi'za. Erasito, omuwanika wekibuga, abalamusi'za, ne Kwato, owoluganda.

25 Era oyo ainza okubanyuweza ngenjiri yange nokubulirwa kwa Isa Masiya bwebiri, ngekyama bwekibikudwa ekyasirikirwa okuva mu
26 biro ebyemirembe (nemirembe), naye kakati kirabise nekitegezebwa amawanga gona mu byawandikibwa bya banabi, nga bweyalagira Katonda atagwawo, olwokuwulira okuva mu
27 kukiriza ; Katonda owamagezi omu yeka awebwe ekitibwa kubwa Isa Masiya emirembe egitagwawo. Amina.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABAKOLINSO

EYOLUBERYEBERYE.

1.

PAULO, eyaitibwa (okuba) omutume wa Isa Masiya olwokwagala kwa Katonda, ne Sosene owoluganda, eri ekanisa ya Katonda eri mu Kolinso, abatukuzibwa mu Masiya Isa, abaitibwa (okuba) abatukuvu, wamu ne bona abakowola erinya lya Mukama wafe Isa Masiya mu buli kifo, ye (Mukama) wabwe era owafe: ekisa (kibere) gyemuli nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne Mukama (wafe) Isa Masiya. 1 2 3

Nebaza Katonda wange bulijo kulwamwe, olwekisa kya Katonda kyemwawerwa mu Masiya Isa; kubanga mu buli kigambo mwagagawalira muye, mu kwogera kwona ne mu kutegera kwona; ngokutegeza kwa Masiya bwekwanyuwezebwa mumwe: mwe obutawebuka mu kirabo kyona; nga mulindirira okubikulibwa kwa Mukama wafe Isa Masiya; era alibanyuweza okutusa ku nkomerero, obutabako kya kunenyezebwa ku lunaku lwa Mukama wafe Isa Masiya. Katonda mwesigwa, eyabaisa okuingira mu kusekimu Kwomwanawe Isa Masiya Mukama wafe. 4 5 6 7 8 9

10 Naye mbegairira, aboluganda, olwerinya lya
Mukama wafe Isa Masiya, mwena okwogera
obumu, so okwawukana kuleme okuba mumwe,
naye mugatirwe dala mu magezi gamu ne
11 mu kulowoza kumu. Kubanga nabulirwa
ebifa gyemuli, baganda bange, abo abomu
(nyumba) ya Keroe, ngeriyo enyombo mumwe.
12 Kyenjogede kye kino nti buli muntu mumwe
ayogera nti Nze ndi wa Paulo; nange wa
Apolo; nange wa Kefa; nange wa Masiya.
13 Masiya ayawulidwamu? Paulo yakomererwa
kulwamwe? oba mwabatizibwa okuingira mu
14 linya lya Paulo? Nebaza Katonda kubanga
sabatiza muntu yena mumwe, wabula Kerisipo
15 ne Gayo; omuntu yena aleme okwogera nga
16 mwabatizibwa okuingira mu linya lyange. Era
nabatiza nenyumba ya Sitefana: nate simanyi
17 nga nabatiza omulala yena. Kubanga Masiya
teyantuma kubatiza, wabula okubulira enjiri:
si mu magezi ga bigambo, omusalaba gwa Masiya
guleme okuba ogwobwerere.

18 Kubanga ekigambo ekyomusalaba bwe busi-
rusiru eri abo ababula; naye eri fe abalokoka
19 ge manyi ga Katonda. Kubanga kyawandi-
kibwa nti

Ndizikiriza amagezi gabagezigezi,
Nobukabakaba bwabakabakaba ndibugyawo.

20 Omugezigezi aliwa? omuwandisi aliwa? omu-
wakanyi owomunsi muno aliwa? Katonda
21 teyâsiruwaza magezi ga nsi? Kubanga mu
magezi ga Katonda ensi olwamagezi gayo
bwetategera Katonda, Katonda nasima olwo-
busirusiru obwokubulira okwo okulokola abo
22 abakiriza. Kubanga Abayudaya basaba obu-
23 bonero, Nabayonani banonya amagezi: naye

fe tubulira Masiya eyakomererwa, eri Abayudaya nkonge, neri abamawanga busirusiru; naye eri 24
abo abaitibwa Abayudaya era Nabayonani, Masiya amanyi ga Katonda, era amagezi ga Katonda. Kubanga obusirusiru bwa Katonda 25
businga abantu amagezi; nobunafu bwa Katonda businga abantu amanyi.

Kubanga mutunulire okuitibwa kwamwe, abo- 26
luganda, ngabamagezi agomubiri si bangi (abaitibwa), abamānyi si bangi, abekitibwa si bangi:
naye Katonda yalonda ebisirusiru ebyensi, aba- 27
gezigezi abakwase ensonyi; era Katonda yalonda ebinafu ebyensi, akwase ensonyi ebyamanyi;
nebikopi byensi nebinyomebwa Katonda yabi- 28
ronda era nebitaliwo, agyewo ebiriwo: omubiri 29
gwona guleme okwenyumiriza mu maso ga Katonda. Naye kubwoyo mwe muli mu Masiya 30
Isa, eyafuka amagezi gyetuli okuva eri Katonda, era nobutukirivu, nokutukuzibwa, nokununulibwa: nga bwekyawandikibwa nti Eyenyumiriza, 31
yenyumiririzenga mu Mukama.

2.

Nange, aboluganda, bwenaja gyemuli, saja 1
na manyi mangi agebigambo oba amagezi nga mbabulira ekyama kya Katonda. Kubanga 2
namalirira obutamanya kigambo mumwe, wabula Isa Masiya era oyo eyakomererwa. Nange nali 3
namwe mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi. Nekigambo kyange nokubulira 4
kwange tebyali mu bigambo ebyamagezi ebisendasenda, wabula mu kutegeza Kwomwoyo namanyi: okukiriza kwamwe kuleme okubera 5

mu magezi gabantu, wabula mu manyi ga Katonda.

6 Naye amagezi tugogera mwabo abatukirira: naye amagezi agatali ga mu mirembe gino, era agatali ga bakulu abomumirembe gino, aba-
7 gwawo: naye twogera amagezi ga Katonda mu kyama, gali agakisibwa, Katonda geyalagira eda
8 ensi nga tezinabawo olwekitibwa kyafe: abakulu bona abomumirembe gino gebatategeranga nomu: kuba singa bagategera, tebandikomerede
9 Mukama wa kitibwa: naye nga bwekyawandikibwa nti

Eriso byeritalabangako, nokutu byekutawuliranga,
Nebitaingira mu mutima gwa muntu,
Byona Katonda byeyabategekera abamwagala.

10 Naye fe Katonda yatubibikulira Kubwomwoyo: kubanga Omwoyo anonya byona era nebita-
11 tegerekeka ebya Katonda. Kubanga muntu ki ategera ebyomuntu wabula omwoyo gwomuntu oguli muye? era bwekityo nebya Katonda siwali abitegera wabula Omwoyo gwa Katonda.
12 Naye fe tetwawebwa mwoyo gwa nsi, wabula omwoyo oguva eri Katonda, tulyoke tutegere
13 Katonda byatuwa obuwa. Nokwogera twogera ebyo, si mu bigambo amagezi gabantu byegaigiriza, wabula Omwoyo byaigiriza; bwetugerage-
14 ranya ebyomwoyo nebyomwoyo. Naye (omuntu) owomu'ka (obu'ka) takiriza bya Mwoyo gwa Katonda: kubanga bya busirusiru gyali; era tainza kubitegera, kubanga bikeberwa na
15 mwoyo. Naye (omuntu) owomwoyo akebera byona, naye ye ye nyini takeberwa muntu yena.
16 Kubanga ani eyali ategede okulowoza kwa

Mukama (wafe), okumuigiriza? Naye fe tulina okulowoza kwa Masiya.

3.

Nange, abaluganda, sainza kwogera namwe ngabomwoyo, naye ngabomubiri, ngabana abawere mu Masiya. Nabanywesa mata, so si mere; kubanga mwali temunagiinza: naye era ne kakano temunagiinza; kubanga mukyali ba mubiri: kubanga mumwe bwemulimu obugya nokuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula ngabantu (obuntu)? Kubanga omuntu bwayogera nti Nze ndi wa Paulo; nomulala nti Nze ndi wa Apolo; nga temuli bantu (buntu)? Kale Apolo kye ki? ne Paulo kye ki? Bawereza ababakirizisa; era buli muntu nga Mukama wafe bweyamuwa. Nze nasiga, Apolo nafukirira; naye Katonda ye yakuza. Kale bwekityo asiga si kintu, newakubade afukirira; wabula Katonda akuza. Naye asiga nafukirira bwe bumu: naye buli muntu aliwebwa emperaye ye ngomulimugwe ye bweguliba. Kubanga Katonda tuli bakozi bane: muli nimiro ya Katonda, (muli) nyumba ya Katonda.

Ngekisa kya Katonda bwekiri kyenawebwa, ngomukoza wabazimbi owamagezi nasima omusingi; nomulala nazimbako. Naye buli muntu yekumenga bwazimbako. Kubanga tewali muntu ainza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa, ye Isa Masiya. Naye omuntu yena bwazimbanga ku musingi ogwo zabu, feza, amainja agomuwendo omungi, emiti, esubi, ebisasiro; omulimu ogwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku luli luligwolesa, kubanga

gulibikulirwa mu muliro; nomuliro gwe nyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwegufa-
14 nana. Omulimu ogwa buli muntu gweyazi-
15 mbako bweguliberawo, aliwebwa empera. Omulimu ogwa buli muntu bwegulyokebwa, alifirwa; naye ye ye nyini alirokoka; naye bwati, kuita mu muliro.

16 Temumanyi nga muli yekalu ya Katonda, era nga Omwoyo gwa Katonda abera mumwe?
17 Omuntu yena bwazikirizanga yekalu ya Katonda, Katonda alimuzikiriza oyo; kubanga yekalu ya Katonda ntukuvu; ye mwe.

18 Omuntu yena teyerimbanga. Omuntu yena bweyerowozanga okuba omugezi mumwe mu mirembe gino, afukenga musirusiru, alyoke afuke
19 omugezi. Kubanga amagezi agomunsi muno bwe busirusiru eri Katonda. Kubanga kyawa-
20 ndikibwa nti Akwasa abagezi enkwe zabwe: era
21 nate nti Mukama ategera empaka ezabagezi nga tezirimu. Omuntu yena kyavanga alema okwenyumiriza mu bantu. Kubanga byona byamwe;
22 oba Paulo, oba Apolo, oba Kefa, oba ensi, oba obulamu, oba okufa, oba ebiriwo, oba ebigenda
23 okubawo; byona byamwe; namwe ba Masiya; ne Masiya wa Katonda.

4.

1 Omuntu atulowozenga bwati, nga tuli bawereza ba Masiya era abawanika bebyama bya Ka-
2 tonda. Era wano kibagwanira abawanika, omu-
3 ntu okulabika nga mwesigwa. Naye kunze kigambo kitono nyo mwe okunsalira omusango, oba omuntu (yena): era nange nzeka sesalira
4 musango. Kubanga semanyiko kigambo; naye

ekyo tekimpesa butukirivu: naye ansalira omusango ye Mukama (wafe). Kale temusalanga musango gwa (kigambo) kyona, ebiro nga tebinatuka, okutusa Mukama wafe lwalija, alimulisa ebikwekebwa ebyomukizikiza, era alirabisa okutesa okwomumitima; buli muntu nalyoka awebwa etendolye eri Katonda. 5

Naye ebyo, aboluganda, mbigerede kunze ne Apolo kulwamwe; mulyoke muigire kufe obutaitirira mu byawandikibwa; omuntu yena aleme okwegulumiza olwomu okusinga omulala. Kubanga akwawula yani? era olina ki kyotawebwa? naye okuwebwa obanga wawebwa, kiki ekikwenyumirizisa ngatawebwa? Mumaze oku-'kuta, mumaze okugagawala, mwafuga nga bakabaka awatali fe: era mubera kufuga nandyagade, era nafe tulyoke tufugire wamu namwe. Kubanga ndowoza nga Katonda fe abatume yatwolesa enkomerero ngabatalema kufa: kubanga twafuka ekyerolerwa ensi ne bamalaika nabantu. Fe tuli basirusiru kubwa Masiya, naye mwe muli bagezigezi mu Masiya; fe tuli banafu, naye mwe muli ba manyi; mwe muli ba kitibwa, fe tuli ba kunyomebwa. Era nokutusa ekisera kino, tulumwa enjala era nenyonta, era tuba bwerere, era tukubibwa ebikonde, era tetuliko wafe; era tukola emirimu nga tutegana nemikono gyafe: bwetuvumibwa, tusabira omukisa; bwetuiganyizibwa, tugumikiriza; bwetuwairizibwa, twegairira: twafuka ngebisasiro ebyensi, empitambi eza byona, okutusa kakano. 6 7 8 9 10 11 12 13

Ebyo sibiwandika kubakwasa nsonyi, wabula okubabulirira ngabana bange abagalwa. Kuba newakubade nga mulina abaigiriza kakumi mu Masiya, naye temulina bakitamwe bangi; 14 15

kubaŋga nze nabazaza enjiri mu Masiya Isa.
16, 17 Kyenva mbegairira okungoberera. Kyenva
ntuma Timoseo gyemuli ye mwana wange
omwagalwa omwesigwa mu Mukama (wafe),
alibajukiza amakubo gange agali mu Masiya,
nga bwenjigiriza yona yona mu buli kanisa.
18 Naye waliwo abalala abegulumiza (nga balowo-
19 za) nga nze sigenda kuja gyemuli. Naye ndija
gyemuli mangu, Mukama wafe bwalyagala;
era ndimanya amanyi gabwe abegulumiza so si
20 kigambo kyabwe. Kubanga obwakabaka bwa
Katonda tebuli mu kigambo, wabula mu manyi.
21 Mwagalako ki? njije gyemuli nomugo, oba mu
kwagala ne mu mwoyo ogwobuwombefu?

5.

1 Nokugamba bagamba nga mumwe mulimu
obwenzi, era obwenzi bwebutyo obutali ne mu ba-
mawanga, omuntu okubera ne mukazi wa kitawe.
2 Namwe mwegulumiziza, so temwanakuwala bu-
nakuwazi, oyo eyakola ekikolwa ekyo alyoke
3 agyibwe wakati mumwe. Kubanga nze bwe-
sibayo mu mubiri naye nga ndiyo mu mwoyo,
maze okumusalira omusango oyo eyayonona
4 ekyo bwatyo, mu linya lya Mukama wafe Isa,
mwe nga mukung'anye nomwoyo gwange awamu
5 namanyi ga Mukama wafe Isa, okuwayo ali
bwatyo eri Setani omubiri okuzikirizibwa,
omwoyo gulyoke gulokoke ku lunaku lwa Mu-
6 kama wafe Isa. Okwenyumiriza kwamwe si ku-
lungi. Temumanyi ngekizimbulukusa ekitono
7 kizimbulukusa ekitole kyona? Mugyemu eki-
zimbulukusa ekyeda, mulyoke mubere ekitole
ekigya, nga bwemutalimu kizimbulukusa. Ku-

banga era Nokuitako kwafe kwa'tibwa, (ye) Masiya: kale tufumbe embaga, si na kizimbulukusa 8
ekyeda, newakubade nekizimbulukusa ekyetima
nobubi, wabula nebitazimbulukuswa ebyobutali
bukusa namazima.

Nabawandikira mu baluwa yange obutegata- 9
nga na benzi; (so) si (kwewalira) dala abenzi 10
abomunsi muno, oba abegombi nabanyazi, oba
abasinza ebifananyi; kubanga bwekityo kyandi-
bagwanide okuva munsi: naye kakano mbawa- 11
ndikira obutegatanga (naye), omuntu yena ai-
tibwa owoluganda bwabanga mwenzi, oba mwe-
gombi, oba asinza ebifananyi, oba muvumi, oba
mutamivu, oba munyazi; ali bwatyo newaku-
bade okulya naye. Kubanga nfayo ki okubasa- 12
lira omusango abali ebweru? Mwe temusalira
musango ba munju, naye abebweru Katonda 13
yabasalira omusango? Omubi oyo mumugye
mumwe.

6.

Omuntu yena kumwe bwaba nekigambo ku 1
mune, ayang'anga okuwoleza ensonga abatali
batukirivu, so si eri abatukuvu? Oba temuma-
nyi ngabatukuvu be balisalira ensi omusango? era 2
obanga ensi mwe muligisalira omusango, temusa-
nira kusala nsonga entono enyo? Temumanyi 3
nga tulisalira bamalaika omusango? tulirema
tutya okusala emisango egyomubulamu buno?
Kale bwemuba nokusala emisango egyomubu- 4
lamu buno, abanyomebwa mu kanisa abo be-
mutekawo? Njogede kubakwasa nsonyi. Ki- 5
koleka bwekityo obutalabika mumwe omuntu
omu owamagezi, anainzanga okusalira baganda-

6 be ensonga, naye owoluganda awoza nowolu-
ganda, era ne mu maso gabwe abatali bakiriza?
7 Naye era bwemutyo mumaze okubako akabi,
kubanga mulina emisango mweka na mweka.
Lwaki obutamala gakolwa bubi? lwaki obuta-
8 mala galyazamanyizibwa? Naye be nyini mu-
kola bubi, mulyazamanya, era naboluganda.
9 Oba temumanyi ngabatali batukirivu tebalisikira
bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga:
newakubade abakaba, newakubade abasinza ebi-
fananyi, newakubade abenzi, newakubade abafu-
10 ka abakazi, newakubade abalya ebisiyaga, newa-
kubade aba'bi, newakubade abegombi, newaku-
bade abatamivu, newakubade abavumi, newaku-
bade abanyazi, tebalisikira bwakabaka bwa Ka-
11 tonda. Era abamu kumwe mwali ngabo: naye
mwanazibwa, naye mwatukuzibwa, naye mwawe-
bwa obutukirivu olwerinya lya Mukama wafe
Isa Masiya, Nolwomwoyo gwa Katonda wafe.
12 Byona birungi gyendi; naye byona tebinsani-
ra. Byona birungi gyendi; naye nze sigenda ku-
13 fugibwa kyona kyona. Ebyokulya bya lubuto,
nolubuto lwa bya kulya: naye Katonda alibi-
gyawo byombiriri. Naye omubiri si gwa bwe-
nzi, naye gwa Mukama wafe; ne Mukama
14 wafe avunana omubiri: era Katonda yazukiza
Mukama wafe, era nafe alituzukiza olwama-
15 nyige. Temumanyi ngemibiri gyamwe bye bi-
tundu bya Masiya? kale nzirire ebitundu bya
Masiya mbifule ebitundu byomwenzi? Kitalo.
16 Oba temumanyi ngeyegata nomwenzi gwe mu-
biri gumu? kubanga ayogera nti Bombiriri
17 balibera omubiri gumu. Naye eyegata ne Mu-
18 kama wafe gwe mwoyo gumu. Mwewalenga
obwenzi. Buli kibi kyona omuntu kyakola kiri

kungulu ku mubiri; naye ayenda akola ekibi ku
mubirigwe ye. Oba temumanyi ngomubiri gwa- 19
mwe ye yekalu Yomwoyo Omutukuvu ali mu-
mwe, gwemulina eyava eri Katonda? namwe
temuli kubwamwe; kubanga mwagulibwa na 20
muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu
mubiri gwamwe.

7.

Naye kwebyo byemwampandikirira; kirungi 1
omusaja obutakwatanga ku mukazi. Naye, 2
olwobwenzi, buli musaja aberenga ne mukaziwe
ye, na buli mukazi aberenga ne musajawe ye.
Omusaja amusasulenga mukaziwe ekyo ekimu- 3
gwanira: era nomukazi amusasulenga bwatyo
omusaja. Omukazi tafuga mubirigwe ye, wabu- 4
la musajawe. era nomusaja bwatyo tafuga mu-
birigwe ye, wabula mukaziwe. Temu'mang'a- 5
nanga, wabula mpozi nga mulaganye ekisera,
mulyoke mubere nebanga eryokusabiramu, ate
mulyoke mubere wamu, Setani aleme okubakema
olwobutoziiza bwamwe. Naye ebyo mbyogera 6
nga nzikiriza bukiriza, (so) siteka teka. Naye 7
nandyagade abantu bona okubera nga nze. Naye
buli muntu alina ekirabokye ye, ekiva eri Kato-
nda, omulala bwati, nomulala bwati.

Naye abatanafumbiriganwa ne banamwandu 8
mbagamba nti Kirungi bo okuberanga nga nze.
Naye obanga tebainza kweziiza, bafumbiriganwe: 9
kubanga kye kirungi okufumbiriganwa okusinga
okwaka. Naye abamala okufumbiriganwa mba- 10
lagira, so si nze wabula Mukama wafe, omukazi
obutanobanga musajawe [naye okunoba bwano- 11
banga, abere awo obutafumbirwa, oba atabagane
ne musajawe]; era nomusaja obutalekangayo

12 mukaziwe. Naye abalala mbagamba nze, si
Mukama wafe owoluganda yena bwabanga
nomukazi atakiriza, omukazi bwatabagananga
13 naye okubera naye, tamulekangayo. Nomukazi
bwaberanga nomusaja atakiriza, naye bwatabaga-
nanga naye okubera naye, tamunobanga mu-
14 sajawe. Kubanga omusaja atakiriza atukuzibwa
na mukazi, nomukazi atakiriza atukuzibwa na
wa luganda : siriga tekiri bwekityo, abana bamwe
tebandibade balongofu ; naye kakano batukuvu.
15 Naye atakiriza bwayawukananga, ayawukane :
owoluganda omusaja oba mukazi tali mu budu
mu (bigambo) ebiri bwebityo : naye Katonda
16 yatuitira mirembe. Kubanga, gwe omukazi,
omanyi otya nga tolirokola musajawo ? oba,
gwe omusaja, omanyi otya nga tolirokola mu-
17 kaziwo ? Kino kyoka, buli muntu nga Mukama
wafe bweyamugabira, buli muntu nga Katonda
bweyamuita, atambulenga bwatyo. Era bwe-
18 ndagira bwentyo mu kanisa zona. Omuntu
yena yaitibwa nga mukomole ? tafukanga atali
mukomole. Omuntu yena yaitibwa nga si
19 mukomole ? takomolebwanga. Okukomolwa si
kintu, nobutakomolwa si kintu, wabula oku-
20 kwata ebiragiro bya Katonda. Buli muntu
21 aberenga mu kuitibwa kweyaitirwamu. Waiti-
bwa ngoli mudu ? tokyeralikiriranga : naye
okuinza bwoinza okuwebwa edembe, wakiri
22 obere nalyo. Kubanga mu Mukama (wafe)
eyaitibwa nga mudu, awebwa Mukama (wafe)
edembe · bwatyo eyaitibwa nga wa dembe ye
23 mudu wa Masiya. Mwagulibwa na muwendo ;
24 temufukanga badu ba bantu. Aboluganda,
okuitibwa buli muntu kweyaitirwamu, abere
mwokwo wamu ne Katonda.

Naye ebyokubawala sirina kiragiro kya 25
Mukama (wafe): naye mbagamba bwendowoza
ngomuntu Mukama (wafe) gweyasasira okubera
omwesigwa. Kale ndowoza kino okubera eki- 26
rungi olwokubonabona okwa kakano, nga ki-
rungi omuntu okubera nga bwali. Wasibibwa 27
nomukazi? tononyanga kusumululwa. Wasu-
mululwa ku mukazi? tononyanga mukazi. Na- 28
ye okuwasa bwowasa, nga toyononye; nomuwa-
la bwafumbirwa, nga tayononye. Naye abali
bwebatyo balibera nokubonabona mu mubiri:
nange mbasasira. Naye kino kyenjogera, abo- 29
luganda, nti Ebiro biimpawade, okutanula
kakano abalina abakazi babe ngabatalina;
era nabo abakaba (babe) ngabatakaba; nabo 30
abasanyuka (babe) ngabatasanyuka; nabo aba-
gula (babe) ngabatalina; nabo abakoza ebyo- 31
munsi (babe) ngabatabikoza bubi: kubanga
engeri eyomunsi muno egwawo. Naye nja- 32
gala mwe obuteralikiriranga. Atali mufumbo
yeralikirira bya Mukama wafe, bwanasanyusa
Mukama wafe: naye omufumbo yeralikirira 33
bya munsi, bwanasanyusa mukaziwe. Era 34
waliwo enjawulo afumbirwa nomuwala. Ata-
fumbirwa yeralikirira bya Mukama wafe, abere
mutukuvu omubiri nomwoyo: naye afumbirwa
yeralikirira bya munsi, bwanasanyusa musaja-
we. Njogede ekyo olwokubagasa mwe be nyini; 35
si lwa kubatega kyambika, wabula olwobulu,
ngi era mulyoke mumuwereze Mukama wafe
obutategana. Naye omuntu bwalowozanga nga 36
takola bulungi muwalawe, obanga aitiride obu-
kulu, era obanga kigwana okubera bwekityo,
akolenga nga bwayagala; tayonona; bafumbi-
riganwe. Naye oyo anyuwera mu mutimagwe, 37

nga tawalirizibwa, naye ngainza (okutukiriza) bwayagala ye, era nga yamalirira kino mu mutimagwe okukuma muwalawe, alikola bulungi.
38 Kale afumbiza muwalawe akola bulungi, era naye atalifumbiza yalisinga okukola obulungi.
39 Omukazi asibibwa musajawe ngakyali mulamu; naye musajawe bwaba nga yebase, nga wa busa afumbirwe gwayagala; kyoka mu Mukama
40 (wafe). Naye bwabera nga bwali, bwasinga okubera nomukisa, nga nze bwendowoza era ndowoza nga nange nina Omwoyo gwa Katonda.

8.

1 Naye kwebyo ebiwebwa eri ebifananyi: tumanyi nga tulina fena okutegera. Okutegera
2 kwegulumizisa, naye okwagala kuzimba. Omuntu bwalowozanga ngaliko kyategede, nga tanategera nga bwekimugwanira okutegera;
3 naye omuntu bwayagala Katonda, oyo ategerwa
4 ye. Kale ku kulya ebiwebwa eri ebifananyi, tumanyi ngekifananyi si kintu munsi, era nga
5 tewali Katonda (omulala) wabula omu. Kuba newakubade nga waliwo abaitibwa bakatonda, oba mu gulu, oba munsi; nga bwewaliwo baka-
6 tonda abangi nabami abangi; naye gyetuli waliwo Katonda omu, Kitafe, omuva byona, nafe tuli kubwoyo; ne Mukama (wafe) omu, Isa Masi-
7 ya, abesawo byona, era atubesawo fe. Naye okutegera okwo tekuli mu bantu bona: naye abalala, kubanga bamanyira ebifananyi okutusa kakano, balya ngekiweredwa eri ekifananyi; nomwoyo gwabwe, kubanga munafu, gubera nempitambi.
8 Naye ekyokulya tekitusimisa eri Katonda: era bwetutalya tetuwebuka: era bwetulya tetweyo-

ngerako. Naye mwekume mpozi obuinza bwa- 9
mwe obwo buleme okuba enkonge eri abanafu.
Kubanga omuntu bwakulaba gwe alina okutege- 10
ra ngotude ku mere mu sabo lyekifananyi,
omwoyo gwoyo, bwaba nga munafu, teguliguma
kulya ebiwebwa eri ebifananyi? Kubanga omu- 11
nafu abula olwokutegerakwo, owoluganda Masiya
gweyafirira. Era bwekityo, bwemwononanga 12
aboluganda, era nemufumita omwoyo gwabwe,
bweguba nga munafu, nga mwonona Ma-
siya. Kale, obanga ekyokulya kyesitaza muga- 13
nda wange, sirirya nyama emirembe gyona, ne-
me okwesitaza muganda wange.

9.

Siri wa dembe? siri mutume? salaba Isa Mu- 1
kama wafe? mwe temuli mulimu gwange mu
Mukama (wafe)? obanga siri mutume eri abalala, 2
naye ndi (mutume) eri mwe: kubanga mwe ka-
bonero kobutume bwange mu Mukama (wafe).
Bwempoza bwenti eri abo abankemereza. Tetu- 3, 4
lina buinza okulya nokunywa? Tetulina bu- 5
inza okutwala omukazi owoluganda awamu nafe,
era ngabatume abalala, ne baganda ba Mukama
wafe, ne Kefa. Oba nze nzeka ne Balanaba 6
tetulina buinza obutakola (mirimu)? Ani age- 7
nda okutabala yona yona natabaza ebintubye ye?
ani asimba olusuku natalya ku mere yamu? oba
ani alunda ekisibo natanywa ku mata gekisibo?
Ebyo njogera bya buntu? oba era namateka te- 8
gogera bwegatyo? Kubanga kyawandikibwa mu 9
mateka ga Musa nti Togisibanga kamwa ente nge-
wula. Katonda alowoza bya nte? oba ayogera 10
kulwafe feka? Kubanga kyawandikibwa kulwa-

fe: kubanga alima kimugwanira okulima ngasubira, era nawula (kimugwanira) okuwula ngasu-
11 bira okuwebwako. Obanga fe twabasigamu
ebyomwoyo, kya kitalo fe bwetulikungula
12 ebyamwe ebyomubiri? Obanga abalala balina
obuinza obwo kumwe, fe tetusinga bo? Naye
tetwakoza buinza obwo; naye tugumikiriza
byona, tuleme okuleta ekiziiza enjiri ya Masiya.
13 Temumanyi ngabo abawereza ebitukuvu balya
(ku) byomuyekalu, (nabo) abawereza ku kyo-
14 to bagabana nekyoto? Era ne Mukama wafe
bwatyo yalagira ababulira enjiri balisibwenga
15 olwenjiri. Naye nze sibikozanga ebyo nekimu:
so siwandise ebyo kiryoke kinkolerwe nze bwe-
kityo: kubanga wakiri nze okufa, okusinga omu-
ntu yena okufula okwenyumiriza kwange okwo-
16 bwerere. Kubanga bwembulira enjiri, siba na
kya kwenyumiriza; kubanga nina okuwaliriziri-
17 bwa; kubanga zinsanze, bwesibulira njiri. Ku-
ba obanga nkola bwentyo nokwagala, mbera ne-
mpera: naye obanga sikola na kwagala, natereseb-
18 bwa obuwanika. Kale mpera ki gyenina?
Bwembulira enjiri okugifula eyobwerere, neme
19 okukoleza dala obuinza bwange mu njiri. Kuba
newakubade nga ndi wa dembe eri bona, nefula
20 mudu eri bona, ndyoke nfune abangi. Neri
Abayudaya nafuka nga Omuyudaya, nfune
Abayudaya; eri abo abafugibwa amateka (na-
fuka) ngafugibwa amateka, nzeka nga sifugibwa
21 mateka, nfune abafugibwa amateka; eri aba-
talina mateka (nafuka) ngatalina mateka, si
butaba na mateka eri Katonda, naye nga mpu-
lira amateka eri Masiya, nfune abatalina mateka.
22 Eri abanafu nafuka munafu, nfune abanafu: eri
bona nfuse byona, mu byona byona ndyoke

ndokole abamu. Era nkola byona olwenjiri, 23
ndyoke nziskimu muyo. Temumanyi nga- 24
badukana mu kuwakana badukanira dala bona,
naye awebwako empera omu? Mudukane bwe-
mutyo mulyoke muwebwe. Era buli muntu 25
awakana yegendereza mu byona. Kale bo
(bakola bwebatyo) balyoke bawebwe engule
eryononeka, naye fe etayononeka. Nze kyenva 26
nzirukana bwenti, si ngatamanyi; nwana bwe-
nti si ngakuba ebanga: naye nebonereza omu- 27
biri gwange era ngufuga: mpozi, nga maze
okubulira abalala, nze nzeka neme okubera ata-
simibwa.

10.

KUBANGA sagala mwe obutategera, aboluga- 1
nda, bajaja bafe bona bwebali wansi wekire, era
bona bwebaita mu nyanja; era bona bwebabati- 2
zibwa eri Musa mu kire ne mu nyanja; era bona 3
nebalya emere emu eyomwoyo; era bona neba- 4
nywa ekyokunywa ekimu ekyomwoyo: kubanga
banywa mu lwazi olwomwoyo olwabagoberera:
nolwazi olwo lwali Masiya. Naye bangi kubo 5
Katonda teyabasima: kubanga bazikiririzibwa
mu lukola. Naye ebyo byali bya kulabirako 6
gyetuli, tuleme okwegomba ebibi, era nga bo
bwebegomba. So temubanga basinza ba bifa- 7
nanyi, ngabamu kubo: nga bwekyawandikibwa
nti Abantu nebatula okulya nokunywa, nebago-
lokoka okuzanya. Era tetwendanga, ngabamu 8
kubo bwebayenda, nebagwa ku lunaku olumu
obukumi bubiri mwenkumi satu. Era tetuke- 9
manga Mukama wafe, ngabamu kubo bweba-
kema, emisota egyo negiba'ta. Era temwemulu- 10

gunyanga, ngabamu kubo bwebemulugunya,
11 nebazikirizibwa omuzikiriza. Naye ebyo bya-
babako abo okubera ebyokulabirako; era bya-
wandikibwa olwokutulabula fe abatukidwako
12 enkomerero zemirembe. Kale alowoza ngaimi-
13 ride yekume aleme okugwa. Siwali kukema
okwabakwata okutali kwa bantu: naye Katonda
mwesigwa, atalibaganya kukemebwa okusinga
bwemuinza; naye awamu nokukemebwa era
alisawo nobudukiro, mulyoke muinze okugumi-
kiriza.
14 Kale, baganda bange, mudukenga okusinza
15 ebifananyi. Mbagamba ngabalina amagezi;
16 mulowoze kyenjogera. Endeku eyomukisa,
gyetusabira omukisa, sikwe kusekimu omusai
gwa Masiya? Omugati gwetumenyamenya sikwe
17 kusekimu omubiri gwa Masiya? kubanga fe
abangi tuli mugati gumu, omubiri gumu:
18 kubanga fena tugabana omugati gumu. Mu-
labe Isiraeri owomubiri: abalya sadaka teba-
19 sa kimu na kyoto? Kale njogera ki? ekiwe-
bwa eri ekifananyi nga kintu, oba ekifananyi
20 nga kintu? Naye njogera ngabamawanga bye-
bawayo bawa eri balubale, so si eri Katonda:
nange sagala mwe kubera abasekimu ne balu-
bale. Temuinza kunywa (ku) ndeku ya Mu-
21 kama (wafe) ne ku ndeku ya balubale: temui-
nza kugabana ku meza ya Mukama (wafe) ne
22 ku meza ya balubale. Oba Mukama wafe tu-
mukwasa obugya? fe tumusinga amanyi?
23 Byona birungi; naye ebisana si byona. Byo-
24 na birungi, naye ebizimba si byona. Omuntu
yena tanonyanga bibye yeka, wabula ebya mune.
25 Buli kyebatundanga mu katale, mukiryanga,
26 nga temubuziza kigambo olwomwoyo; kubanga

ensi ya Mukama wafe, nokujula kwayo. Omu 27
kwabo abatakiriza bwabaitanga, namwe bwe-
mwagalanga okugenda; ekitekebwanga mu maso
gamwe mukiryanga, nga temubuziza kigambo
olwomwoyo. Naye omuntu bwabagambanga 28
nti Kino kyawebwa okubera sadaka, temukirya-
nga kulwoyo abulide, nolwomwoyo: bwenjogera 29
omwoyo, si gugwo gwe naye gwa mulala; ku-
banga edembe lyange lwa ki okusalirwa omusa-
ngo nomwoyo gwomulala? Nze bwendya no- 30
kwebaza, kiki ekinvumya olwekyo kyenebaza?
Kale obanga mulya, obanga munywa, obanga 31
mukola ekigambo kyona kyona, mukolenga
byona olwekitibwa kya Katonda. Temuleta- 32
nga ekisitaza eri Abayudaya, newakubade eri
Abayonani, newakubade eri ekanisa ya Kato-
nda: era nga nange bwensanyusa bona mu 33
byona, nga sinonya magoba gange nze, wabula
agabangi, balyoke balokoke. Mungoberere 11
nze, nga nange (bwengoberera) Masiya.

Mbatendereza kubanga munjijukira mu byona, 2
era munyuweza byemwawebwa nga bwenabiba-
wa. Naye njagala mwe okumanya ngomutwe
gwa buli musaja ye Masiya; nomutwe gwomu-
kazi ye musaja; nomutwe gwa Masiya ye
Katonda. Buli musaja bwasaba oba bwabulira, 4
omutwegwe nga gubikidwako, aswaza omutwe-
gwe. Naye buli mukazi bwasaba oba bwabu- 5
lira, omutwegwe nga tegubikidwako, aswaza
omutwegwe: kubanga bwe bumu dala ngamwe-
redwa. Kuba obanga omukazi tabikibwako, era 6
asalibwe enviri: naye obanga kya nsonyi omu-
kazi okusalibwa enviri oba okumwebwa, abiki-
bwengako. Kubanga omusaja tekimugwanira 7
kubikibwa ku mutwe, kubanga oyo kye kifana-

nyi nekitibwa kya Katonda: naye omukazi kye
8 kitibwa kyomusaja. Kubanga omusaja teyava
mu mukazi: wabula omukazi ye yava mu mu-
9 saja: era kubanga omusaja teyatondebwa lwa
10 mukazi; wabula omukazi olwomusaja: kyekiva
kimugwanira omukazi okubako (akabonero) ako-
11 kufugibwa ku mutwegwe olwa bamalaika. Era
naye omukazi (taberawo) awatali musaja, era
omusaja (taberawo) awatali mukazi, mu Mukama
12 (wafe). Kuba omukazi nga bweyava mu musaja,
era nomusaja bwatyo (azalibwa) omukazi; naye
13 byona biva eri Katonda. Musale omusango
namwe mweka: kisana omukazi amusabe Kato-
14 nda nga tabikidwako? Obuzaliranwa bwoka
tebubaigiriza nga, omusaja bwakuza enviri, zi-
15 muswaza? Naye omukazi bwakuza enviri, kye
kitibwa gyali: kubanga yawebwa envirize mu
16 kifo kyekyambalo. Naye omuntu yena bwaba
ngayagala okuleta empaka, fe tetulina mpisa
ngeyo, newakubade ekanisa za Katonda.
17 Naye bwembalagira kino sibatendereza, kuba-
nga temukung'ana lwa bulungi wabula olwobubi.
18 Kubanga ekyoluberyeberye, bwemukung'anira
mu kanisa, mpulira nga waliwo okwawukana
19 mumwe; era nkikirizamu. Kubanga era no-
kwesalamu kikugwanira okuba mumwe, abasi-
20 mibwa balyoke balabike mumwe. Kale bwe-
mukung'anira awamu, tekiinzika kulya mere ya
21 Mukama wafe: kubanga mu kulya kwamwe
buli muntu asoka mune okutola emereye yeka;
nomulala alumwa enjala, nomulala atamira.
22 Kiki ekyo? temulina nyumba za kuliramu no-
kunyweramu? oba munyoma ekanisa ya Kato-
nda, nemubaswaza abatalina (nyumba)? Naba-
23 gamba ntya? nabatendereza olwekyo? Sibate-

ndereza. Kubanga nze nawebwa eri Mukama
wafe era kyenabawa mwe, nga Mukama wafe
Isa mu kiro kiri kyeyalirwamu olukwe yatola 24
emere; neyebaza, nagimenyamu, nayogera nti
Guno gwe mubiri gwange oguli kulwamwe: mu-
kolenga bwemutyo olwokunjijukira nze. Era 25
nendeku bwatyo bwebamala okulya, ngayogera
nti Endeku eno ye ndagano empya mu musai
gwange: mukolenga bwemutyo buli lwemuna-
nywangako, olwokunjijukira nze. Kubanga 26
buli lwemunalyanga ku mere eno ne lwemuna-
nywanga ku ndeku, munayolesanga okufa kwa
Mukama wafe okutusa lwalija. Kyanavanga 27
aza omusango ogwomubiri nomusai gwa Muka-
ma wafe buli analyanga ku mere oba ananywa-
nga ku ndeku ya Mukama wafe nga tasanide.
Naye omuntu yekeberenga yeka alyoke alye ku 28
mere bwatyo, era anywe ne ku ndeku. Kubanga 29
alya era anywa, alya era anywa musangogwe
ye, bwatayawula mubiri. Mumwe kyemuvude 30
muberamu abangi abanafu nabalwade, era bangi-
ko abebaka. Naye singa twesalira omusango 31
feka, tetwandisalidwa musango. Naye bwetu- 32
salirwa omusango, tubulirirwa Mukama (wafe),
tuleme okusingibwa omusango awamu nensi.
Kale, baganda bange, bwemukung'ananga oku- 33
lya, mulindaganenga. Omuntu bwalumwanga 34
enjala, alyenga eka; okukung'ana kwamwe ku-
leme okuza omusango. Nebirala ndibirongosa,
wendijira wona.

12.

Kale no, aboluganda, ebye(birabo) ebyomwo- 1
yo sagala mwe obutabitegera. Mumanyi bwemwa- 2

li abamawanga nga mwakyamizibwa eri ebifananyi ebitogera, nga bwemwakyamizibwa bwona.
3 Kyenva mbategeza nga siwali muntu bwayogera mu Mwoyo gwa Katonda agamba nti Isa akolimidwa; so siwali muntu ainza okwogera nti Isa ye Mukama (wafe), wabula mu Mwoyo Omutukuvu.
4 Naye waliwo enjawulo zebirabo, naye Omwo-
5 yo (ali) omu. Era waliwo enjawulo zokuwereza,
6 era Mukama (wafe ali) omu. Era waliwo enjawulo zokukola, naye Katonda (ali) omu, akola
7 byona mu bona. Naye buli muntu awebwa
8 okulagibwa Kwomwoyo olwokugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuwesa ekigambo ekyamagezi; nomulala (awebwa) ekigambo ekyokute-
9 gera, Kubwomwoyo oyo: omulala okukiriza, Kubwomwoyo oyo; nomulala ebirabo ebyoku-
10 wonya, Kubwomwoyo omu; nomulala okukola ebyamagero; nomulala okubulira; nomulala okwawula emyoyo: omulala engeri zenimi;
11 nomulala okutegeza enimi: naye ebyo byona Omwoyo oyo omu yabikola, ngagabira buli muntu kina omu nga ye bwayagala.
12 Kuba omubiri nga bweguli ogumu neguba nebitundu ebingi, nebitundu byona ebyomubiri, newakubade nga bingi, gwe mubiri gumu; era
13 ne Masiya bwatyo. Kubanga mu Mwoyo omu fena twabatizibwa okuingira mu mubiri gumu, oba Bayudaya oba Bayonani, oba badu oba ba dembe; fena netunywesebwa mu Mwoyo
14 omu. Kubanga nomubiri si kitundu kimu, naye
15 bingi. Ekigere bwekyogera nti Kubanga siri mukono, siri wa ku mubiri; olwekyo tekibera
16 ekitali kya ku mubiri. Era okutu bwekwogera nti Kubanga siri liso, siri wa ku mubiri; olwe-

kyo tekubera okutali kwa ku mubiri. Omubiri 17
gwona singa liso, okuwulira kwandibade wa?
Gwona singa kuwulira, okuwunyiriza kwandiba-
de wa? Naye kakano Katonda yasawo ebitundu 18
buli kina kimu mu mubiri, nga bweyayagala.
Era byona singa kyali kitundu kimu, omubiri 19
gwandibade wa? Naye kakano ebitundu biri 20
bingi, naye omubiri gumu. Neriso teriinza ku- 21
gamba mukono nti Gwe sikwetaga: oba nate
omutwe okugamba ebigere nti Mwe sibetaga.
Naye, ekisinga enyo, ebitundu bino ebyomubiri 22
ebirowozebwa okubera ebinafu byetagibwa: ne- 23
byo ebyokumubiri byetulowoza obutaba na kiti-
bwa nyo, byetwambaza ekitibwa ekisinga obu-
ngi: (nebitundu) byafe ebitali birungi bye
bisinga okubera nobulungi; naye ebirungi byafe 24
tebyetaga: naye Katonda yagatira dala wamu
omubiri, ekitundu ekyabulako ngakiwa ekitibwa
ekisinga obungi; waleme okubera okwawula 25
mu mubiri; naye ebitundu biberagane bumu
byoka na byoka. Era ekitundu ekimu bweki- 26
bonabona, ebitundu byona bibonerabonera wamu
nakyo; oba ekitundu ekimu bwekigulumizibwa,
ebitundu byona bisanyukira wamu nakyo.
Naye mwe muli mubiri gwa Masiya, nebi- 27
tundu (byagwo), buli muntu. Era Katonda 28
yasawo mu kanisa abalala, okusoka batume, abo-
kubiri banabi, abokusatu baigiriza, nate ebyama-
gero, nate ebirabo ebyokuwonya, ababera, aba-
fuga, engeri zenimi. Bona batume? bona bana- 29
bi? bona baigiriza? bona (bakola) ebyamagero?
bona balina ebirabo ebyokuwonya? bona bogera 30
enimi? bona bategeza? Naye mwegombe ebira- 31
bo ebisinga obukulu. Era mbalaga ekubo erisi-
nga enyo obulungi.

13.

1 Bwenjogera nenimi zabantu neza bamalai-
ko, naye nesiba na kwagala, nga nfuse ekikomo
2 ekivuga nebitasa ebisala. Era bwemba nobuna-
bi nentegera ebyama byona nokutegera kwona;
era bwemba nokukiriza kwona, nokugyawo ne-
nziyawo ensozi; naye nesiba na kwagala, nga
3 siri kintu. Era bwengabira (abavu) byenina
byona okubalisa, era bwempayo omubiri gwange
okwokebwa, naye nesiba na kwagala, nga siriko
4 kyengasiza. Okwagala kugumikiriza, kulina eki-
sa; okwagala tekuba na bugya; okwagala te-
5 kwekulumbaza, tekwegulumiza, tekukola bitasa-
na, tekunonya byakwo, tekunyiga, tekusa bubi
6 ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butukiri-
7 vu, naye kusanyukira wamu namazima; kugu-
mikiriza byona, kukiriza byona, kusubira byona,
8 kuzibikiriza byona. Okwagala tekugwawo emi-
rembe gyona: naye oba bunabi, bulivawo; oba
9 enimi, zirikoma; oba okutegera, kulivawo. Ku-
banga tutegerako kitundu, era tulagulako kitu-
10 ndu: naye ebitukirivu bwebirija, ebyekitundu
11 birivawo. Bwenali omuto, nayogeranga ngomu-
to, nategeranga ngomuto, nalowozanga ngo-
12 muto: bwenakula, nendeka ebyobuto. Kuba-
nga kakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabi-
ka bulungi; naye mu biro biri tulitunulagana
namaso: kakano ntegerako kitundu; naye mu
biro biri nditegererwa dala era nga bwenategere-
13 rwa dala. Naye kakano waberawo okukiriza,
okusubira, okwagala, ebyo byonsatule; naye
kwebyo ekisinga obukulu kwagala.

14.

MUGOBERERENGA okwagala; naye mwegombe (ebirabo) ebyomwoyo, naye ekisinga mubulirenga. Kubanga ayogera olulimi tayogerera bantu, wabula Katonda; kubanga siwali awulira; naye mu mwoyo ayogera byama. Naye abulira ayogerera bantu ebizimba, nebisanyusa, nebigumya. Ayogera olulimi yezimba yeka; naye abulira azimba ekanisa. Kale mbagala mwena mwogerenga enimi, naye wakiri mubulirenga: era abulira yasinga obukulu ayogera enimi, wabula ngategeza, ekanisa eryoke ezimbibwe. Naye kakano, aboluganda, obanga ndija gyemuli nga njogera enimi, ndibagasa ntya, bwesiryogera namwe oba mu kubikula, oba mu kutegera, oba mu kubulira, oba mu kuigiriza? Era nebitali biramu, ebireta edobozi, oba ndere, oba nanga, bwebitaleta kwawula mu kuvuga, kitegerwa kitya ekifuwibwa oba ekikubibwa? Kubanga nakagombe bwekavuga edobozi eritategerekeka, ani alyetekateka okulwana? Bwemutyo namwe bwemutaletenga mu lulimi edobozi eriwulikika amangu, ekyogerwa kiritegerwa kitya? kubanga mulyogerera mu banga. Mpozi waliwo munsi engeri zenimi bweziti, so siwali (ngeri) eterina makulu. Kale bwesimanya makulu ga dobozi, ndibera ngajoboja eri oyo ayogera, naye ayogera alibera ngajoboja eri nze. Bwemutyo namwe, kubanga mwegomba ebyomwoyo, mwagalenga okweyongera olwokuzimba ekanisa. Kale ayogera olulimi asabenga ategeze. Kubanga bwensaba mu lulimi, omwoyo gwange gusaba, naye amagezi gange tegabala bibala. Kale kiki?

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15

ndisabya omwoyo, era ndisabya namagezi, ndii-
16 mbya omwoyo, era ndiimbya namagezi. Kuba-
nga bwosaba omukisa mu mwoyo, abera mu kifo
kyoyo atamanyi alidamu atya nti Amina mu
17 kwebazakwo, bwatategera kyoyogede? Kubanga
gwe webaza bulungi, naye omulala tazimbibwa.
18 Mwebaza Katonda, mbasinga mwena okwogera
19 enimi: naye mu kanisa njagala okwogera ebiga-
mbo bitano namagezi gange, ndyoke mbaigirize
nabalala, okusinga ebigambo akakumi mu lulimi.
20 Aboluganda, temubanga bana bato mu mage-
zi: naye mu tima mubere bana bawere, naye
21 mu magezi mubere bakulu. Kyawandikibwa mu
mateka nti Ndyogera nabantu bano mu (bantu)
abenimi endala ne mu mimwa gya banagwanga;
era newakubade bwekityo tebalimpulira, bwayo-
22 gera Mukama. Enimi kyeziva zibera akabonero,
si eri abo abakiriza, wabula eri abatakiriza: naye
okubulira tekubera (kabonero) eri abatakiriza
23 wabula eri abakiriza. Kale ekanisa yona bweba
ngekung'anide wamu, bona nebogera enimi, ne-
waingira abatamanyi oba abatakiriza, tebaliga-
24 mba nti mulaluse? Naye bona bwebabulira, ne-
waingira atakiriza oba atamanyi, anenyezebwa
25 bona, asalirwa bona omusango; ebyama ebyomu-
mutimagwe birabisibwa; era bwatyo alivunama
amaso nasinza Katonda, ngayogera nga Katonda
ali mumwe dala.
26 Kale kiri kitya, aboluganda? Bwemukung'a-
na, buli muntu alina oluimba, alina okuigiriza,
alina okubikula, alina olulimi, alina okutegeza.
27 Byona bikolebwenga olwokuzimba. Omuntu
bwayogeranga olulimi, (bogerenga) babiri oba
obanga bangi basatu, era mu mpalo, era omu
28 ategezenga: naye obanga tewali ategeza, asirike-

nga mu kanisa; ayogerenga mu memeye era ne
Katonda. Ne banabi bogerenga babiri oba ba- 29
satu, nabalala bawulenga. Naye omulala atude 30
bwabikulirwanga, eyasose asirikenga. Kubanga 31
mwena muinza okubulira kina omu, bona baige,
era bona basanyusibwe; nemyoyo gya banabi 32
gifugibwa banabi; kubanga Katonda si wa ku- 33
yogana, naye wa mirembe; nga mu kanisa zona
ezabatukuvu.

Abakazi basirikenga mu kanisa: kubanga te- 34
balagirwa kwogera; naye bafugibwenga, era nga
namateka bwegogera. Era bwebagalanga oku- 35
iga ekigambo, babuzenga bababwe eka: kuba-
nga kya nsonyi omukazi okwogera mu kanisa.
Oba gyemuli ekigambo kya Katonda gyekyava? 36
oba kyatuka eri mwe mweka?

Omuntu yena bweyerowozanga okuba nabi 37
oba wa mwoyo, ategerenga byembawandikira,
nga kye kiragiro kya Mukama (wafe). Naye 38
omuntu yena bwatategera, aleme okutegera.

Kale baganda bange, mwegombe okubulira- 39
nga, so temuziizanga kwogera nimi. Naye byo- 40
na bikolebwenga nga bwekisana era mu mpisa
enungi.

15.

Kale mbategeza, aboluganda, enjiri gyenaba- 1
bulira, era gyemwawebwa, era gyemunyuwere-
ramu, era gyemulokokeramu; (mbategeza) 2
ebigambo byenagibuliriramu, obanga muginyu-
weza, wabula nga mwakiririza bwerere. Kuba- 3
nga nasoka okubawa mwe era kyenawebwa,
nga Masiya yafa olwebibi byafe ngebyawandiki-
bwa bwebyogera; era nga yazikibwa; era nga ya- 4
zukizibwa ku lunaku olwokusatu ngebyawandi-

5 kibwa bwebyogera; era nga yalabikira Kefa;
6 nalyoka (alabikira) ekumi nababiri; nalyoka ala-
bikira aboluganda abasinga ebitano omulundi
gumu, kwabo bangi abakyali abalamu okutusa
7 kakano, naye abamu bebaka; nalyoka alabikira
8 Yakobo; nalyoka alabikira abatume bona; era
oluvanyuma lwa bona nalabikira nange ngo-
9 mwana omusowole. Kubanga nze ndi muto
wa batume, atasanira kuitibwa mutume, kuba-
10 nga naiganya ekanisa ya Katonda. Naye olwe-
kisa kya Katonda bwendi bwendi: nekisakye
ekyali gyendi tekyali kya bwerere; naye nako-
la emirimu mingi okubasinga bona: naye si nze,
11 wabula ekisa kya Katonda ekyali nange. Kale
oba nze oba bo, bwetutyo bwetubulira, era bwe-
mutyo bwemwakiriza.
12 Naye Masiya bwabulirwa nga yazukizibwa mu
bafu, abamu mumwe bogera batya nga tewali
13 kuzukira kwa bafu? Naye obanga tewali ku-
zukira kwa bafu, era ne Masiya teyazukizibwa;
14 era obanga Masiya teyazukizibwa, kale okubuli-
ra kwafe tekulimu, (so) nokukiriza kwamwe te-
15 kulimu. Era naye tulabika ngabajulirwa abobu-
limba aba Katonda; kubanga twamutegeza
Katonda nga yazukiza Masiya: gwatazukiza,
16 obanga abafu tebazukizibwa. Kuba obanga
abafu tebazukizibwa, era ne Masiya teyazukizi-
17 bwa: era obanga Masiya teyazukizibwa, okukiri-
za kwamwe tekuliko kyekugasa; mukyali mu
18 bibi-byamwe. Kale era nabo abebaka mu Ma-
19 siya babula. Obanga mu bulamu buno bwoka
mwetusubirira mu Masiya, tuli ba kusasirwa
okusinga abantu bona.
20 Naye kakano Masiya yazukizibwa mu bafu, gwe
21 mwaka omuberyeberye ogwabo abebaka. Kuba-

nga okufa (bwekwabawo) kubwomuntu, era no-
kuzukira kwabafu (kwabawo) kubwa muntu.
Kuba bona nga bwebafa mu Adamu, era bweba- 22
tyo mu Masiya bona mwebalifukira abalamu.
Naye buli muntu mu kifokye ye: Masiya gwe 23
mwaka omuberyeberye; oluvanyuma aba Masiya
mu kujakwe. Enkomerero neryoka (etuka) 24
bwaliwayo obwakabaka eri Katonda ye Kitawe;
bwaliba ngamaze okugyawo okufuga kwona na-
manyi gona nobuinza. Kubanga kimugwanira 25
okufuga okutusa lwalisa abalabebe bona wansi
webigerebye. Omulabe owenkomerero aligyi- 26
bwawo kwe kufa. Kubanga (kyawandikibwa 27
nti) Yasa byona wansi webigerebye. Naye bwa-
yogera nti Byona byasibwa wansi, kitegerekeka
ngoyo teyasibwa wansi eyasa byona wansiwe.
Naye byona bwebirimala okusibwa wansiwe, era 28
Nomwana ye nyini nalyoka asibwa wansi woyo
eyasa byona wansiwe, Katonda alyoke abere
byona mu byona.

Kubanga balikola batya ababatizibwa ku- 29
lwabafu? obanga abafu tebazukizibwa dala,
kiki ekibabatizisa kulwabo? Nafe lwa ki oku- 30
bera mu kabi buli kasera? Nfa bulijo, ndairide 31
okwenyumiriza okwo kulwamwe, okweninakwo
mu Masiya Isa Mukama wafe. Obanga nalwana 32
nensolo mu Efeso ngomuntu obuntu, ngasibwa
ntya? Obanga abafu tebazukizibwa, tulye tu-
nywe, kubanga tufa enkya. Temulimbwanga: 33
Okukwana nababi kwonona empisa enungi. Mu- 34
tamirukuke mu butukirivu, so temwononanga;
kubanga abalala tebamutegera Katonda: njoge-
de kubakwasa nsonyi.

Naye omuntu alyogera nti Abafu bazukizibwa 35
batya? era mubiri ki gwebaja nagwo? Musi- 36

rusiru, gwe egyosiga teba namu wabula ngefa:
37 negyosiga, tosiga mubiri oguliba, wabula mpeke
njerere, mpozi ya ng'ano, oba ya ngeri nda-
38 la; naye Katonda agiwa omubiri nga bwaya-
gala, era buli nsigo agiwa omubiri gwayo
39 yoka. Enyama yona si nyama emu: naye
endala ya bantu, nendala ya nsolo, nendala
40 ya nyonyi, nendala ya bya nyanja. Era (wali-
wo) emibiri egyomugulu nemibiri egyomunsi:
naye ekitibwa ekyegyomugulu kirala, nekyegyo-
41 munsi kirala. Ekitibwa kyenjuba kirala, neki-
tibwa kyomwezi kirala, nekitibwa kyemunyenye
kirala: kubanga emunyenye teyenkana na gi-
42 nayo ekitibwa. Era nokuzukira kwabafu bwe-
kutyo. Gusigibwa mu kuvunda; guzukizibwa
43 mu butavunda: gusigibwa awatali kitibwa; gu-
zukizibwa mu kitibwa: gusigibwa mu bunafu;
44 guzukizibwa mu manyi: gusigibwa mubiri gwa
muka; guzukizibwa mubiri gwa mwoyo. Oba-
nga waliwo omubiri gwomuka, era waliwo no-
45 gwomwoyo. Era bwekityo kyawandikibwa nti
Omuntu owoluberyeberye Adamu yafuka muka
mulamu. Adamu owoluvanyuma (yafuka) mwo-
46 yo oguleta obulamu. Naye ekyomwoyo tekisoka,
wabula ekyomuka; oluvanyuma kya mwoyo.
47 Omuntu owoluberyeberye yava munsi, wa taka:
48 omuntu owokubiri yava mu gulu. Ngoli owetaka
(bweyali), era nabetaka (bwebali) bwebatyo: era
ngoli owomugulu (bwali), era nabomugulu (bwe-
49 bali) batyo. Era nga bwetwatwala ekifananyi
kyoli owetaka, era tulitwala nekifananyi kyoli
50 owomugulu.

Naye kino kyenjogera, aboluganda, ngomubiri nomusai tebiinza kusikira bwakabaka bwa Katonda; so okuvunda tekusikira butavunda.

Laba, mbabulira ekyama: tetulyebaka fena, 51
naye fena tulifusibwa, mangwago, nga kutemya 52
kikowe, akagombe akenkomerero bwekalivuga:
kubanga kalivuga, nabafu balizukizibwa obuta-
vunda, nafe tulifusibwa. Kubanga oguvunda 53
guno kigugwanira okwambala obutavunda, no-
gufa guno okwambala obutafa. Naye oguvu- 54
nda guno bweguliba nga gumaze okwambala
obutavunda, nogufa guno okwambala obutafa,
ekigambo ekyawandikibwa nekiryoka kitukirira
nti Okufa kumiridwa mu kuwangula. Gwe oku- 55
fa, okuwangulakwo kuliruwiwa? Gwe okufa,
okulumakwo kuliruwiwa? Okuluma kwokufa 56
kye kibi; namanyi gekibi ge mateka: naye Kato- 57
nda yebazibwe, atuwanguza fe kubwa Mukama
wafe Isa Masiya. Kale, baganda bange abaga- 58
lwa, munyuwere obutasagasagana, nga mweyo-
ngera bulijo mu mulimu gwa Mukama wafe,
kubanga mumanyi ngokufuba kwamwe si kwa
bwerere mu Mukama (wafe).

16.

Naye okukung'anyiza ebintu abatukuvu, nga 1
bwenalagira ekanisa Ezegalatiya, namwe muko-
lenga bwemutyo. Ku lunaku olwoluberyeberye 2
mu naku omusanvu buli muntu mumwe ate-
rekenga ewuwe nga bwaberedwa, ebintu bire-
me okukung'anyizibwa bwendija. Era bwendi- 3
tuka bemulisima mu baluwa abo benditume oku-
twala ekisa kyamwe mu Yerusalemi: era oba- 4
nga kirinsanira nange okugenda, baligenda na-
nge. Naye ndija gyemuli bwendiba nga maze 5
okuita mu Makedoni; kubanga ndiita mu Ma-
kedoni; naye mpozi nditula gyemuli katono, oba 6

nokumala ndimalayo ebiro ebya togo, mwe mu-
7 lyoke munsibirire gyendigenda yona. Kubanga
sagala kubalaba kakano nga mpita buisi: kuba-
nga nsubira okulwayo katono gyemuli, Mukama
8 wafe bwalikiriza. Naye ndirwayo mu Efeso
9 okutusa ku Pentekote; kubanga olugi olunene
era olwemirimu (emingi) lunzigulidwawo, era
abaziiza bangi.
10 Naye obanga Timoseo alija, mulabe abere gye-
muli awatali kutya; kubanga akola omulimu
11 gwa Mukama (wafe) era nga nze: kale omuntu
yena tamunyomanga. Naye mumusibirire nemi-
rembe, aje gyendi: kubanga nsubira okumulaba
12 awamu naboluganda. Naye ebya Apolo owolu-
ganda, namwegairira nyo okuja gyemuli awamu
naboluganda: natayagala dala okuja kakano;
naye alija bwalifuna ebanga.
13 Mutunule, munyuwere mu kukiriza, mubere
14 basaja, mubere ba manyi. Byona byemukola
bikolebwenga mu kwagala.
15 Naye mbegairira, aboluganda [mumanyi enyu-
mba ya Sitefana, nga gwe mwaka omuberyebe-
rye ogwomu Akaya, era nga betesetese okuwere-
16 za abatukuvu], namwe muwulirenga abali nga-
bo, na buli muntu akolera awamu (nafe) afuba.
17 Era nsanyukira okuja kwa Sitefana ne Folitu-
nato ne Akaiko: kubanga ebyabula kulwamwe
18 bo babitukiriza. Kubanga bāwumuza omwoyo
gwange nogwamwe: kale mubakirize abali nga-
bo.
19 Ekanisa ezomu Asiya zibalamusiza. Akula
ne Pirisika babalamusiza nyo mu Mukama (wafe),
20 nekanisa eri mu nyumba yabwe. Aboluganda
bona babalamusiza. Mulamusagane nokunywe-
gera okutukuvu.

(Kuno kwe) kulamusa kwange Paulo nomuko- 21
no gwange. Omuntu yena bwatamwagala Mu- 22
kama wafe, akolimirwe. Mukama wafe aja.
Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya kibere 23
namwe. Okwagala kwange kubere namwe mwe- 24
na mu Masiya Isa. Amina.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABAKOLINSO

EYOKUBIRI.

1.

1 Paulo, omutume wa Masiya Isa olwokwagala
kwa Katonda, ne Timoseo owoluganda, eri ekani-
sa ya Katonda eri mu Kolinso, awamu nabatu-
2 kuvu bona abali mu Akaya yona: ekisa (kibere)
gyemuli nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne
Mukama (wafe) Isa Masiya.
3 Yebazibwe Katonda era Kitawe wa Muka-
ma wafe Isa Masiya, Kitafe owokusasira era
4 Katonda owokusanyusa kwona; atusanyusa
mu buli kibonobono kyafe, fe tulyoke tuinze
okusanyusa abali mu kubonabona kwona, noku-
5 sanyusa fe kwetusanyusibwa Katonda. Kuba
ebibonyobonyo bya Masiya nga bwebyeyongera
enyo gyetuli, era bwekutyo nokusanyusibwa
6 kwafe kweyongera nyo kubwa Masiya. Naye
bwefubonabona, (tubonabona) olwokusanyusibwa
nokulokoka kwamwe; era bwetusanyusibwa,
(tusanyusibwa) olwokusanyusibwa kwamwe, oku-
leta okugumikiriza ebibonyobonyo ebyo nafe
7 byetubonyabonyezebwa: era okusubira kwafe
kunyuwera eri mwe; nga tumanyi nti nga bwe-

musekimu mu bibonyobonyo, era bwemutyo (musekimu) ne mu kusanyusibwa. Kubanga tetwagala mwe obutategera, abaluganda, ebyokubonabona kwafe okwatubako mu Asiya, bwetwazitowererwa enyo nyini okusinga amanyi (gafe), era nokusubira netutasubira kuba balamu: era fe be nyini twalimu okudamu okwokufa munda yafe, tuleme okwesiga fe feka, wabula Katonda azukiza abafu: eyatuwonya mu kufa okunene okwenkanawo, era anatuwonyanga: era gwetusubira eda alituwonya; era mwe bwemubera awamu kulwafe mu kusaba; bwetulimala okuwebwa ekirabo olwabantu abangi, abangi balyoke bebaze kulwafe.

Kubanga okwenyumiriza kwafe kwe kuno, okutegeza okwomwoyo gwafe, nga mu butukuvu ne mu mazima ga Katonda, si mu magezi agomubiri wabula mu kisa kya Katonda, bwetwatambulanga munsi era okusinga enyo eri mwe. Kubanga tetubawandikira birala wabula ebyo byemusoma era nokwatula byemwatula, era nsubira nga munabyatulanga okutusa enkomerero: nga nokwatula bwemwatwatulako akatono, nti fe tuli kwenyumiriza kwamwe, era nga namwe (bwemuli) gyetuli, ku lunaku lwa Mukama wafe Isa.

Ne mu kusubira kuno nali njagala okuja gyemuli eda, mulyoke muwebwe ekisa olwokubiri; nokuita gyemuli okugenda Emakedoni, nokuva nate Emakedoni okuja gyemuli, nokusibirirwa mwe okugenda Ebuyudaya. Kale bwenali njagala bwentyo, nalagalaganya? oba byentesa, mbitesa kugoberera mubiri, nze okuba nebyo nti wewawo, wewawo, ate nti siwewawo, siwewawo? Naye nga Katonda bwali omwesigwa, eki-

gambo kyafe ekiri eri mwe si bwekiti nti wewawo
19 ate nti siwewawo. Kubanga Omwana wa Katonda, Isa Masiya, fe gwetwabulira mumwe nze ne Sirwano ne Timoseo, teyali nti wewawo ate nti siwewawo, naye mwoyo mwe muli wewawo.
20 Kubanga (mu) byona byona Katonda byeyasubiza, mwoyo mwe muli wewawo: era oyo kyava aleta Amina, Katonda atenderezebwe kubwafe.
21 Naye atunyuweza fe awamu namwe mu Masiya,
22 era eyatufukako amafuta, ye Katonda; era eyatusako akabonero, natuwa omusingo Ogwomwoyo mu mitima gyafe.
23 Naye nze mpita Katonda okuba omujulirwa wememe yange, nga kyenava nema okuja mu
24 Kolinso, kubanga nabasasira. Si kubanga tufuga okukiriza kwamwe, naye tuli bakozi banamwe abesanyu lyamwe: kubanga okukiriza kwe ku-
2 baimiriza. Naye kino nakimalirira mu mwoyo
2 gwange, obutaja nate na naku gyemuli. Kubanga nze bwembanakuwaza, kale ansanyusa
3 yani wabula oyo nze gwenakuwaza? Nekyo nakiwandika bwendija abo baleme okunakuwaza abagwanira okunsanyusa; kubanga nesiga mwe mwena, ngesanyu lyange lye lyamwe mwena.
4 Kubanga mu kubonabona okungi nokulumwa omutima nabawandikira namaziga amangi, si mulyoke munakuwale, naye mutegere okwagala kwenina eri mwe okusinga enyo.
5 Naye omuntu bwanakuwaziza, tanakuwaziza nze, wabula mwe mwena, so si mwena, neme
6 okuzitowa enyo. Kunamumala ali bwatyo oku-
7 bonerezebwa okwo okwabangi; kyekivude kibagwanira mwe okumusonyiwa obusonyiyi nokumusanyusa, afanana bwatyo mpozi aleme oku-
8 mirwa enakuze nga ziinze obungi. Kyenva

mbegairira okunyuweza okwagala eri oyo. Ku- 9
banga era kyenava mpandika, ndyoke ntegere
okukemebwa kwamwe, obanga muwulira mu
bigambo byona. Naye gwemusonyiwa ekiga- 10
mbo, nange (musonyiwa): kubanga nange kye-
nsonyiye, obanga nsonyiye, (nkisonyiye) kulwa-
mwe mu maso ga Masiya; Setani aleme okutu- 11
kiza: kubanga tetuli ngabatategera nkweze.

Naye bwenaja mu Teroa olwenjiri ya Masiya, 12
era olugi bwerwanzigulirwawo mu Mukama
(wafe), salaba kuwumula mu mwoyo gwange, 13
olwobutasanga Tito muganda wange: naye ne-
mbasibula neng'enda mu Makedoni. Naye Ka- 14
tonda yebazibwe, atutwala bulijo ngabawangulwa
mu Masiya, natubikuza evumbe eryokumutegera
ye mu buli kifo. Kubanga tuli vumbe dungi 15
erya Masiya era Katonda mwabo abalokoka ne
mwabo ababula; eri abo (ababula tuli) vumbe 15
eriva mu kufa erireta okufa; naye eri bali (tuli
vumba) eriva mu bulamu erireta obulamu. Era
ebyo ani abiinza? Kubanga tetuli nga bali aba- 17
singa obungi, abatabula mu kigambo kya Kato-
nda: naye olwamazima, naye olwa Katonda, mu
maso ga Katonda, bwetutyo bwetwogera mu
Masiya.

3.

Tutanula nate okwetendereza feka? oba twe- 1
taga ebaluwa, ngabalala, ezokutendereza eri
mwe, oba eziva gyemuli? Mwe muli baluwa 2
yafe, ewandikidwa mu mitima gyafe, abantu
bona gyebategera, gyebasoma; nga mulabisibwa 3
okuba ebaluwa ya Masiya, fe gyetwamuwererezamu, etawandikibwa na buino, wabula Omwoyo

gwa Katonda omulamu; si ku bipande ebyama-
inja, wabula ku bipande gye mitima egyomubiri.
4 Era bwetutyo bwetwesiga Katonda kubwa Ma-
5 siya: si kubanga feka tulina obuinza, okulowoza
ekigambo kyona ngekiva gyetuli; naye obu-
6 inza bwafe buva eri Katonda; era eyatuinzisa
ngabawereza bendagano empya; si bawereza ba
nukuta, wabula abomwoyo: kubanga enukuta
7 e'ta, naye omwoyo guleta obulamu. Naye oba-
nga okuwereza okwokufa (okwali) mu nukuta,
okwasalibwa ku mainja, kwajira mu kitibwa,
abana ba Isiraeri nokuinza nebatainza kwekali-
riza maso ga Musa olwekitibwa kyamasoge;
8 ekyali kigenda okugwawo: okuwereza okwo-
9 mwoyo tekulisinga kuba na kitibwa? Kuba
obanga okuwereza okwomusango kye kitibwa,
okuwereza okwobutukirivu kweyongera nyo oku-
10 sukiriza ekitibwa. Kubanga ekyawebwa ekiti-
bwa tekyakiwebwa mu kigambo kino, olwekiti-
11 bwa ekisinga (ekyo). Kuba obanga ekyagwawo
kyalina ekitibwa, ekyoluberera kisinga nyo
okuba nekitibwa.
12 Kale bwetulina esubi eryenkana awo, twogera
13 nobuvumu bungi, so si nga Musa, eyebika ku
masoge, abana ba Isiraeri baleme okwekaliriza
14 enkomerero yekyo ekyali kigwawo: naye ama-
gezi gabwe gakakanyazibwa: kubanga nokutusa
lero ekyokubikako kiri kikyaliwo mu kusomebwa
kwendagano eyeda nga tekinagyibwawo; ekyo
15 kivawo mu Masiya. Naye okutusa lero, ebya
Musa bwebisomebwa, ekyokubikako kiri ku mu-
16 tima gwabwe. Naye bwegukyuka eri Mukama
17 (wafe), ekyokubikako kigyibwawo. Naye Mu-
kama wafe gwe Mwoyo: era awaba Omwoyo
18 gwa Mukama (wafe) we waba edembe. Naye

fe fena, bwetumasamasa ngendabirwamu ekitibwa kya Mukama (wafe) amaso (gafe) nga gagyidwako ekyokubikako, tufananyizibwa engeri eri okuva mu kitibwa okutuka mu kitibwa, nga kubwa Mukama (wafe) Omwoyo.

4.

Kale, kubanga tulina okuwereza okwo, nga 1
bwetwasasirwa, tetudirira: naye twagana ebye- 2
nsonyi ebikisibwa, nga tetutambula mu bukusa, so tetukyamya kigambo kya Katonda; naye olwokulabisa amazima nga twetendereza eri omwoyo gwa buli muntu mu maso ga Katonda. Naye okubikibwako obanga enjiri yafe ebiki- 3
bwako, ebikibwako mwabo ababula: katonda 4
owemirembe gino beyaziba amaso gamagezi gabwe abatakiriza, omusana gwenjiri eyekitibwa eya Masiya, oyo kye kifananyi kya Katonda, guleme okubâkira. Kubanga tetwebulira feka, 5
wabula Masiya Isa nga ye Mukama (wafe), nafe nga tuli badu bamwe kulwa Isa. Kubanga Ka- 6
tonda ye yayogera nti Omusana gulyaka mu kizikiza, eyayaka mu mitima gyafe, okuleta omusana ogwokutegera ekitibwa kya Katonda mu maso ga Isa Masiya.

Naye obugaga obwo tuli nabwo mu bibya 7
ebyebumba, amanyi amangi enyo galyoke gave eri Katonda, so si eri fe; tutaizibwa eruwi ne- 8
ruwi, naye tetunyigirizibwa; tweralikirira, so si kweralikirira dala: tuiganyizibwa, naye tetule- 9
kebwa; tumegebwa, naye tetuzikirira; bulijo 10
nga tutambula nga tulina mu mubiri oku'tibwa kwa Isa, era nobulamu bwa Isa bulyoke bulabisibwe mu mubiri gwafe. Kubanga fe abalamu 11

tuwebwayo enaku zona eri okufa okutulanga
Isa, era nobulamu bwa Isa bulyoke bulabisibwe
12 mu mubiri gwafe ogufa. Bwekityo okufa ku-
13 kolera mufe, naye obulamu mumwe. Naye nga
tulina omwoyo guli ogwokukiriza, nga bwekya-
wandikibwa nti Nakiriza, kyenava njogera; era
14 nafe tukiriza, era kyetuva twogera; nga tuma-
nyi ngoyo, eyamuzukiza Mukama wafe Isa,
era nafe alituzukiza wamu ne Isa, era ali-
15 twanjulira wamu namwe. Kubanga byona biri
kubwamwe, ekisa ekyo bwekyeyongera olwaba-
ngi kiryoke kyongeze okwebaza Katonda awe-
bwe ekitibwa.
16 Kyetuva tulema okudirira; naye newakubade
omuntu wafe owokungulu ngagwawo, naye (omu-
ntu) wafe owomunda afuka omugya bulijo bulijo.
17 Kubanga okubonabona kwafe okutazitowa, okwe-
kisera ekya kakano, kwongerayongera nyo oku-
tukolera ekitibwa ekizitowa ekyemirembe nemi-
18 rembe; fe nga tetutunulira ebirabika, wabula
ebitalabika: kubanga ebirabika bya kisera; naye
ebitalabika bya mirembe na mirembe.

5.

1 KUBANGA tumanyi nti, obanga enyumba yafe
eyensisira eyomunsi eryabizibwa, tulina eyazi-
mbibwa eva eri Katonda, enyumba etakolebwa
na mikono, eyemirembe nemirembe, eyomugulu.
2 Kubanga tusindira mweno, nga twegomba okwa-
3 mbazibwa enyumba yafe eriva mu gulu: bwetu-
lyambazibwa, mpozi tuleme okusangibwa nga
4 tuli bwerere. Kubanga fe abali mu nsisira eno
tusinda, nga tuzitowererwa; si kubanga twagala
okwambula, wabula okwambazibwa, ogwo ogufa

gulyoke gumirwe obulamu. Naye eyatukolera 5
ekyo ye Katonda, eyatuwa omusingo Ogwo-
mwoyo. Kyetuva tuguma omwoyo enaku zona, 6
era tumanya nga bwetuba mu mubiri tumuba
wala Mukama wafe [kubanga tutambula olwo- 7
kukiriza, si lwa kulaba]; tuguma omwoyo, era 8
kino kyetusinga okwagala, okuguba ewala omu-
biri nokubera Mukama wafe gyali. Era kye- 9
tuva tufuba, obanga tukyali muno, obanga tuli
wala, okusimibwa ye. Kubanga fe fena kitu- 10
gwanira okulabisibwa Masiya walisalira emi-
sango; buli muntu awebwe byeyakola mu
mubiri, nga bweyakola, oba birungi oba bibi.

Kale, bwetumanya entisa ya Mukama wafe, 11
tubasendasenda abantu, naye tulabisibwa eri
Katonda: era nsubira nga tulabisibwa ne mu
myoyo gyamwe. Tetwetendereza nate eri mwe, 12
wabula okubawa mwe kyemunasinzirangako
okwenyumiriza kulwafe, mulyoke mube nekyo-
kubadamu abenyumiriza mu maso, so si mu
mutima. Kuba obanga tulaluse, (tulaluse) eri 13
Katonda; obanga twegendereza, (twegendere-
za) eri mwe. Kubanga okwagala kwa Masiya 14
kutuwaliriza, nga tulowoza bwetuti ngomu ya-
bafirira bona, bona kyebava bafa; naye yafirira 15
bona, abalamu baleme okubera abalamu nate
kubwabwe boka, wabula kubwoyo eyabafirira na-
zukira. Okusoka lero kyetuva tulema okumanya 16
omuntu yena mu mubiri: okumanya newaku-
bade nga twamanya Masiya mu mubiri, naye
kakano tetukyamumanya nate (bwetutyo).
Omuntu yena bwaba mu Masiya kyava abera 17
ekitonde ekigya: ebyeda nga biwedewo; laba,
nga bifuse bigya. Naye byona biva eri Katonda, 18
eyatutabaganya naye yeka kubwa Masiya, na-

19 tuwa fe okuwereza okwokutabaganya; nti
Katonda yali mu Masiya ngatabaganya Ensi
naye yeka, nga tababalira byonono byabwe, era
nga yatuteresa fe ekigambo ekyokutabaganya.
20 Kyetuva tubera ababaka mu kifo kya Masiya,
Katonda ngafanana ngabegairirira mufe: tube-
gairira mu kifo kya Masiya mutabagane ne
21 Katonda. Atamanya kibi, yamufula ekibi
kulwafe; fe tulyoke tufuke obutukirivu bwa
6 Katonda muye. Era bwetukolera emirimu
awamu naye tubegairira obutawerwa bwerere
2 kisa kya Katonda [kubanga ayogera nti
Mu biro ebyokukirizibwamu nakuwulira,
Ne ku lunaku olwobulokozi nakubera:
laba, kakano bye biro ebyokukirizibwamu; laba,
3 kakano lwe lunaku olwobulokozi]: nga tetuleta
nkonge yona mu kigambo kyona, okuwereza
4 kwafe kuleme okunenyezebwa; naye mu byona
nga twetendereza ngabawereza ba Katonda, mu
kugumikiriza okungi, mu bibonobono, mu kwe-
5 taga, mu naku, mu kukubibwa, mu kusibibwa,
mu kukayana, mu kufuba, mu kutunula, mu
6 kusiba; mu bulongofu, mu kutegera, mu kugu-
mikiriza, mu kisa, mu Mwoyo Omutukuvu, mu
7 kwagala okutalimu bunanfusi, mu kigambo
ekyamazima, mu manyi ga Katonda; olwebyo-
kulwanyisa ebyobutukirivu ku mukono ogwadyo
8 nogwa kono, olwekitibwa nolwokunyomebwa,
olwokuvumibwa nolwokusimibwa; ngabalimba,
9 era (naye) abamazima; ngabatategerebwa, era
(naye) abategerebwa enyo; ngabafa, era, laba,
tuli balamu; ngababonerezebwa, era netuta'ti-
10 bwa; ngabanakuwala, naye abasanyuka buli-
jo; ngabavu, naye abagagawaza abangi; nga-
batalina kintu, era (naye) abalina dala byona.

Akamwa kafe kasamidwa eri mwe, Abakolinso, omutima gwafe gugaziye. Temufunze mufe, naye mufunze mu myoyo gyamwe. Naye mulyoke munsasule bwemutyo [mbabulira ngabana (bange)], namwe mugaziwe. 11 12 13

Temwegatanga nabatakiriza obutenkananka-na: kubanga obutukirivu nobujemu bugabana butya? oba omusana gusa kimu gutya nekizikiza? Era Masiya atabagana atya ne Beriali? oba mugabo ki eri omukiriza natali mukiriza? Era eyekalu ya Katonda yegata etya nebifanayi? kubanga fe tuli yekalu ya Katonda omulamu; nga Katonda bweyayogera nti Ndibera mubo, nentambulira mu (bo); nange ndibera Katonda wabwe, nabo balibera bantu bange. Kale 14 15 16 17

Muve wakati wabo, mweyawukane,
Bwayogera Mukama,
So temukomanga ku kintu ekitali kirongofu;
Nange ndibasembeza,
Era ndibera Kitamwe gyemuli, 18
Namwe mulibera gyendi abana abobulenzi nabobuwala,
bwayogera Mukama Omuinza webintu byona.

Kale bwetulina ebyasubizibwa ebyo, abagalwa, twenaze mu bugwagwa bwona obwomubiri nobwomwoyo, nga tutukiriza obutukuvu mu kutya Katonda. 7

Mutusegulire: tetwononanga muntu yena, tetuguliriranga muntu yena, tetulyazamanyanga muntu yena. Sogede kubanenya: kubanga eda nayogera nga muli mu mitima gyafe okufira awamu (namwe) nokubera abalamu awamu namwe. Njogera nobuvumu bungi eri mwe, nenyumiriza nyo kulwamwe: njijude nyo esanyu, nsukiride okujaguza mu bibonobono byafe byona. 2 3 4

5 Kubanga era bwetwaja mu Makedoni, omubiri gwafe negutalaba kuwumula na katono, naye netubonabona eruwi neruwi; ebweru (yaliyo)
6 entalo, munda (mwalimu) okutya. Naye asanyusa abawombefu, ye Katonda, natusanyusa fe,
7 olwokuja kwa Tito; so si lwa kujakwe kwoka, era naye olwokusanyusibwa kweyasanyusibwa mumwe, bweyatubulira okwegomba kwamwe, okunakuwala kwamwe, okunyikira kwamwe kulwa-
8 nge; nange kyenava neyongera okusanyuka. Kuba newakubade nga nabanakuwaza nebaluwa (yange), sejusa, newakubade nga namala okwejusa; kubanga ndabye ngebaluwa eyo yabanakuwaza,
9 newakubade nga (yabanakuwaza) ekisera. Kakano nsanyuse, sisanyuse kubanga mwanakuwazibwa, naye kubanga mwanakuwala nokwenenya nemwenenya: kubanga mwanakuwala eri Katonda, muleme okufirwa mu kigambo kyona ku-
10 bwafe. Kubanga okunakuwala eri Katonda kuleta okwenenya okwobulokozi okutejusibwa: naye oku-
11 nakuwala okwomunsi kuleta okufa. Kubanga, laba, okunakuwala okwo eri Katonda nga kwabaletera okufuba okungi, era nokuwoza ensonga (yamwe), era nokusunguwala, era nokutya, era nokwegomba, era nokunyikira, era nokuwalana egwanga! Mu byona mwetegeza nga muli balo-
12 ngofu mu kigambo ekyo. Kale newakubade nga nabawandikira, sawandika kulwoyo eyakola obubi, newakubade kulwoyo eyakolwa obubi, wabula okunyikira kwamwe kulwafe kulyoke kulabisibwe
13 eri mwe mu maso ga Katonda. Kyetwava tusanyusibwa: ne mu kusanyusibwa kwafe, netweyongera nyo okusanyuka olwesanyu lya Tito, kubanga omwoyogwe gwawumuzibwa mwe mwe-
14 na. Kuba obanga nenyumiriza mu kigambo

kyona kulwamwe eri oyo, sakwatibwa nsonyi;
naye nga bwetwababulira byona mu mazima,
era bwekutyo nokwenyumiriza kwafe eri Tito
kwali (kwa) mazima. Nokwagalakwe okwomu- 15
nda kweyongera nyo nyini okubera gyemuli, nga-
jukira okugonda kwamwe mwena, bwemwamusc-
mbeza nokutya nokukankana. Nsanyuse kuba- 16
nga mu byona nguma omwoyo mumwe.

8.

Era tubategeza, aboluganda, ekisa kya Kato- 1
nda ekyawebwa mu kanisa Ezemakedoni; mu 2
kubonabona okwabakema enyo esanyu lyabwe
eryasukirira nobwavu bwabwe obwainga obungi
byasukirira mu bugaga obwobugabi bwabwe.
Kubanga, ntegeza bo, (bagaba) boka nga bweba- 3
inza era nokusinga obuinza bwabwe, nga batusa- 4
ba nokwegairira okungi olwekisa ekyo nokusekı-
mu okwo mu kuwereza abatukuvu; so si nga 5
bwenali ndowoza, naye basoka okwewayo boka
eri Mukama wafe, neri fe mu kwagala kwa Kato-
nda. Kyetwava tumubulirira Tito, nga bweya- 6
tanula eda, era bwatyo alyoke akitukirize era ne-
kisa ekyo gyemuli. Naye nga bwemusukirira 7
mu byona, mu kukiriza, ne mu kwogera, ne
mu kutegera, ne mu kufuba kwona, ne mu kwa-
gala kwamwe eri fe, era musukirirenga ne mu kisa
ekyo. Sogera nga mbalagira bulagizi, wabula 8
olwokufuba kwabalala nga nkema okwagala kwa-
mwe nga kwa mazima. Kubanga mutegera eki- 9
sa kya Mukama wafe Isa Masiya, nti bweyali omu-
gaga, naye nafuka omwavu kulwamwe, obwavu-
bwe bulyoke bubagagawaze mwe. Era mbaga- 10
mbye kyendowoza olwekyo: kubanga kibasanira

mwe, abasoka okutanula, si kukola kwoka, era naye nokwagala, nga mwakamala omwaka gumu.
11 Naye kakano mutukirize nokukola; nga (bwewaliwo) okwagala amangu, era nokutukiriza bweku-
12 tyo kulyoke kuberewo, nga bwemuinza. Kuba obanga waliwo okwagala amangu, kukirizibwa
13 ngomuntu bwalina, si nga bwatalina. Kubanga sogede bwentyo, abalala bawumuzibwe, namwe
14 muteganyizibwe: wabula olwokwenkanankana, okusukirira kwamwe kuwereze okwetaga kwabwe kakano mu biro bino, era nokusukirira kwabwe kulyoke kuwereze okwetaga kwamwe; okwenka-
15 nankana kuberewo: nga bwekyawandikibwa nti (Eyakunganya) enyingi, teyasigazawo; naye (eyakung'anya) akatono, teyetaga.
16 Naye Katonda yebazibwe, eyamusamu mu
17 mutima Tito okufuba okwo kulwamwe. Kubanga okukiriza akiri'za okubulirira kwafe; naye kubanga yeka alina okufuba okungi, asitula
18 okugenda gyemuli nga yetuma. Era tutuma wamu naye owoluganda, atenderezebwa mu
19 njiri mu kanisa zona; so si ekyo kyoka, era naye oyo ye yalondebwa ekanisa okutambula nafe olwekisa ekyo, kyetuwereza fe Mukama wafe awebwe ekitibwa, era tulage okwagala
20 kwafe amangu: nga twewala ekyo, omuntu obutatunenya olwekirabo kino kyetuwereza:
21 kubanga tutekateka ebirungi, si mu maso ga Mukama (wafe) mwoka, era naye ne mu maso
22 gabantu. Era tutuma wamu nabo muganda wafe, gwetwakema emirundi emingi mu bigambo ebingi nga munyikivu, naye kakano munyikivu nyo okusinga, olwokwesiga okungi
23 kwalina eri mwe. (Omuntu bwanabuzanga) ebya Tito, ye asekimu nange era ye mukozi

munange eri mwe; oba bya baganda bafe, be babaka abekanisa, abo kye kitibwa kya Masiya. Kale mubalage mu maso gekanisa ekiraga 24
okwagala kwamwe nokwenyumiriza kwafe kulwamwe.

9.

Kubanga ebyokuwereza abatukuvu temwe- 1
taga nze okubawandikira: kubanga manyi 2
okwagala kwamwe, kwenenyumiririzamu eri Abamakedoni kulwamwe, nga Akaya yakamala omwaka gumu okwetekateka; nokunyikira kwamwe kwabakubiriza bangi mubo. Naye ntuma 3
aboluganda, okwenyumiriza kwafe kulwamwe kuleme okuba okwobwerere mu kigambo ekyo; nga bwenjogede, mulyoke mweteketeke: mpo- 4
zi Abamakedoni abalala bwebalija nange, bwebalibasanga nga temwetesetese, fe [obutogera mwe] tuleme okukwatibwa ensonyi mu kusubira okwo. Kyenvude ndowoza nga kingwa- 5
nide okwegairira aboluganda, bankulembere okuja gyemuli, basoke balongose omukisa gwamwe gwemwasubiza eda, gulyoke gweteketeke, ngomukisa, so si ngekisolozebwa.

Naye (kyenjogede) kino nti Asiga entono, 6
alikungula ntono; era asiga enyingi, alikungula nyingi. Buli muntu (akolenga) nga bwamali- 7
nide mu mutimagwe; si lwa naku, newakubade olwokuwalirizibwa: kubanga Katonda ayagala oyo agaba nesanyu. Era Katonda ainza okwa- 8
za ekisa kyona gyemuli; mwe nga mulina ebibamala byona enaku zona mu bigambo byona mulyoke musukirire mu bikolwa byona ebirungi: nga bwekyawandikibwa nti 9

Yasasana, yabagabira abavu;

Obutukirivubwe bwa luberera emirembe gyona.

10 Era oyo amuwa ensigo omusizi nemere eyo-
kulya, alibawa alibongerako ensigo zamwe, era
11 alyaza ebibala ebyobutukirivu bwamwe: nga
mugagawazibwa mu byona mukole obugabi
12 bwona, obumwebazisa Katonda mufe. Kubanga
okugaba okwokuwereza okwo tekujula bujuzi
ekigero kyebyo abatukuvu byebetaga, era naye
kusukirira olwokwebaza okungi eri Katonda;
13 kubanga olwokukemebwa (kwamwe) mu kuwe-
reza kuno batendereza Katonda olwokugonda
okwokwatula kwamwe eri enjiri ya Masiya,
nolwobugabi bwokugabana kwamwe eri bo neri
14 bona; era bo boka nga balumirwa mwe emyoyo
mu kubasabira olwekisa kya Katonda ekitasi-
15 ngika mumwe. Katonda yebazibwe olwekira-
bokye ekitayogerekeka.

10.

1 Naye nze mwene Paulo mbegairira olwobuka-
kamu nobuwombefu bwa Masiya, nze atowazi-
bwa mumwe mu maso gamwe, naye bwesibayo
2 nguma eri mwe: kale mbegairira (bwegairizi),
lwendibawo neme okuguma nobuvumu bwendo-
woza okuguma eri abalala abalowoza nga fe
3 tutambula okugoberera omubiri. Kuba newa-
kubade nga tutambula mu mubiri, tetulwana
4 kugoberera mubiri [kubanga ebyokulwanyisa
ebyentalo zafe si bya mubiri, naye bya manyi
5 eri Katonda olwokumenya ebigo]; nga tume-
nya empaka na buli kintu ekigulumivu ekiku-
lumbazibwa okulwana nokutegera kwa Katonda,
era nga tujemula buli kirowozo okuwulira Masi-

ya ; era nga twetesetese okuwalana egwanga ku 6
butagonda bwona, okugonda kwamwe bweku-
litukirira. Mutunulira ebiri mu maso (ga- 7
mwe). Omuntu yena bweyesiga yeka nga ye
wa Masiya yerowoze kino nate yeka nti nga ye
bwali owa Masiya, era nafe bwetutyo. Ku- 8
banga newendisukirira okwenyumiriza olwobu-
inza bwafe [Mukama wafe bweyatuwa olwoku-
bazimba, so si lwa kubasula], sirikwatibwa
nsonyi : neme okufanana ngabatisa nebaluwa 9
zange. Kubanga bogera nti Ebaluwaze nzibu, 10
za manyi ; naye bwabawo omubirigwe munafu,
nokwogerakwe si kintu. Ali bwatyo alowoze 11
kino nti nga bwetuli mu bigambo mu baluwa
nga tetuliyo, era bwetutyo bwetuli mu bikolwa
nga tuli eyo. Kubanga tetwang'anga kwero- 12
woza nga tuli ku muwendo gwabalala kubo abe-
tendereza boka newakubade okwegerageranya
nabo : naye bo boka nga begeza boka na boka,
era nga begerageranya boka na boka, tebalina
magezi. Nafe fe tetulyenyumiriza okusinga eki- 13
gero (kyafe), wabula mu kigero ekyensalo Ka-
tonda gyeyatugabira okuba ekigero, era noku-
tuka ne gyemuli. Kubanga tetukununkiriza 14
kusinga (kigero) ngabatatuka gyemuli : kubanga
era twaja nokutuka gyemuli mu njiri ya Masiya :
nga tetwenyumiriza kusinga kigero (kyafe) mu 15
mirimu egyabalala ; naye nga tusubira, okukiriza
kwamwe bwekukula okugulumizibwa mumwe
ngensalo yafe bweri okusukirira, era nokubulira 16
enjiri mu bifo ebiri ewala okusinga mwe, era
obutenyumiriza mu nsalo eyabalala olwebyete-
setese. Naye eyenyumiriza yenyumirizenga mu 17
Mukama (wafe). Kubanga eyetendereza yeka si- 18
yasimibwa, wabula Mukama wafe gwatendereza.

11.

1 Singa mungumikiriza mu busirusiru obu-
2 tono; era naye mungumikirize. Kubanga mba-
kwatirwa obugya bwa Katonda: kubanga na-
bawumiriza bamwe omu, ndyoke mbalete eri
3 Masiya (nga) omuwala omulongofu. Naye
ntide, ngomusota bwegwalimbalimba Kawa mu
bukusa bwagwo, mpozi ebirowozo byamwe
okwononebwa mu kulaba wamu ne mu bulo-
4 ngofu ebiri eri Masiya. Kuba oyo aja bwabulira
Isa omulala gwetutabulira, oba bwemuwebwa
omwoyo omulala gwemutawebwa, oba njiri ndala,
gyemutakiriza, mukola bulungi okumugumiki-
5 riza. Kubanga ndowoza nga sisingibwa na
6 katono abatume abakulu enyo. Naye newaku-
bade nga nze muligo mu bigambo, naye siri
(muligo) mu kutegera; naye mu byona twa-
7 kwolesa mu bantu bona eri mwe. Oba nayo-
nona bwenetowaza nzeka mwe mugulumizibwe,
kubanga nababulira enjiri ya Katonda eyobwe-
8 rere? Nanyaga ekanisa endala, nga mpebwa
9 empera olwokubawereza mwe; era bwenali
namwe nga netaga, sazitowerera muntu yena;
kubanga aboluganda bwebava mu Makedoni,
batukiriza ebyali bimbuze; ne mu byona neku-
ma obutabazitowerera, era ndyekuma (bwentyo)
10 Ngamazima ga Masiya bwegali munze, siwali
alinziiza okwenyumiriza okwo mu nsalo Ezeya-
11 kaya. Lwa ki? kubanga sibagala? Katonda
12 amanyi. Naye bwenkola, era bwendikola, mba-
gyirewo awasinzirwa abo abagala awasinzirwa,
balabike era nga fe mu kigambo kyebenyumiri-
13 rizamu. Kubanga abali ngabo be batume abo-

bulimba, abakozi abobukusa, abefananya nga-
batume ba Masiya. So si kya magero; kubanga 14
ne Setani yefananya, nga malaika owomusana.
Kale si kitalo era nabawerezabe bwebefananya 15
ngabawereza abobutukirivu; enkomerero yabo
eribera ngebikolwa byabwe.

Njogera nate nti Omuntu yena aleme okundo- 16
woza nga ndi musirusiru; naye (okulowoza bwe-
mundowoza bwemutyo), naye munsembeze ngo-
musirusiru, nange nenyumirizeko katono. Kye- 17
njogera, sikyogera nga kigambo kya Mukama
(wafe), naye nga mu busirusiru, mu buvumu buno
obwokwenyumiriza. Kubanga bangi abenyumi- 18
riza mu mubiri, nange nenyumiriza. Kubanga 19
mubagumikiriza nesanyu abasirusiru, kubanga
(mwe muli) bagezigezi. Kubanga mugumikiriza 20
omuntu, bwabafula abadu, bwabamira, bwabawa-
mba, bweyegulumiza, bwabakuba amaso. Njo- 21
gede olwokweswaza, ngabanafuwala. Naye omu-
ntu yena kyagumira [njogera mu busirusiru],
nange nguma. Bo Beberaniya? nange. Bo 22
Baisiraeri? nange. Bo zade lya Ibulaimu?
nange. Bo bawereza ba Masiya? [njogera ngo- 23
mulalu] nze mbasinga; mu kufuba mbasuki-
rira, mu kusibibwa mbasukirira, mu kukubibwa
okuingirira enyo, mu kufa emirundi emingi.
Eri Abayudaya nakubibwa emirundi etano 24
(emigo) amakumi asatu mu mwenda. Emirundi 25
esatu nakubibwa enga, omulundi gumu naka-
sukirwa amainja, emirundi esatu eryato lya-
menyeka, nasula nensiba mu buziba; mu 26
kutambula emirundi emingi, mu bubi obwemiga,
mu bubi obwabanyazi, mu bubi obuva eri
egwanga (lyange), mu bubi obuva eri abama-
wanga, mu bubi obwomukibuga, mu bubi obwo

mulukola, mu bubi obwomunyanja, mu bubi
27 obwaboluganda abobulimba; mu kufuba noku-
kowa, mu kutunula emirundi emingi, mu njala
nenyonta, mu kusiba emirundi emingi, mu mpe-
28 wo nokubera obwerere. Obutasako bya bweru,
waliwo ekinzitowerera bulijo bulijo, okweraliki-
29 rira olwekanisa zona. Ani omunafu, nange bwe-
siba munafu? ani eyesitazibwa, nange bwesaka?
30 Obanga kingwanide okwenyumiriza, ndyenyu-
31 miriza olwebyobunafu bwange. Katonda Kita-
we wa Mukama wafe Isa, eyebazibwa emirembe
32 gyona, amanyi nga sirimba. Mu Damasiko
owesaza lya Aleta kabaka yategа ekibuga
Ekyabadamasiko, alyoke ankwate: nebampisa
mu kituli (nga ndi) mu kibo ku bugwe, nendo-
koka mu mikonogye.

12.

1 KINGWANIDE okwenyumiriza, newakubade nga
tekusana; naye naja mu kwolesebwa nokubiku-
2 lirwa kwa Mukama (wafe). Manyi omuntu mu
Masiya, eyakamala emyaka ekumi nena [oba mu
mubiri, simanyi; oba awatali mubiri, simanyi;
Katonda amanyi], okutwalibwa omuntu ali bwa-
3 tyo mu gulu eryokusatu. Era mumanyi omuntu
ali bwatyo [oba mu mubiri, oba awatali mubiri,
4 simanyi; Katonda amanyi], bweyatwalibwa mu
lusuku lwa Katonda, nawulira ebigambo ebita-
5 yogerekeka, ebitasanira muntu kubyatula. Ku-
bwomuntu ali bwatyo ndyenyumiriza: naye
kubwange siryenyumiriza, wabula mu byobunafu
6 bwange. Kuba singa nayagala okwenyumiriza,
sandibade musirusiru; kubanga nandyogede
amazima: naye ndeka, omuntu yena aleme oku-

ndowoza okusinga bwandaba oba bwampulira.
Nolwobukulu obusinga enyo obwebyo ebyabi- 7
kulibwa, neme okugulumizibwa enyo, kyenava
mpebwa erigwa mu mubiri, omubaka wa Se-
tani okunkubanga, neme okugulumizibwa enyo.
Olwekigambo ekyo namwegairira Mukama wafe 8
emirundi esatu, kinveko. Nang'amba nti Ekisa 9
kyange kikumala: kubanga amanyi (gange)
gatukiririra mu bunafu. Kyendiva nenyumi-
riza nesanyu eringi olwebyobunafu bwange,
amanyi ga Masiya galyoke gasisire kunze.
Kyenva nsanyukira ebyobunafu,' okugirirwa 10
ekyejo, okwetaga, okuiganyizibwa, okutegana,
okulangibwa Masiya: kubanga bwemba omu-
nafu, lwemba owamanyi.

Nfuse musirusiru: mwe mwampaliriza; ku- 11
banga nagwanira okutenderezebwa mwe: kuba-
nga sasingibwa mu kigambo kyona abatume
abakulu enyo, newakubade nga nze si kintu.
Mazima obubonero obwomutume bwakolerwa 12
ewamwe mu kugumikiriza kwona, mu bubonero
nebyamagero nebyamanyi. Kubanga kiki eka- 13
tisa endala kyezabasingiramu, wabula nze nzeka
obutabazi owerera? munsonyiwe ekyonõno ekyo.

Laba, omulundi ogwokusatu kakano netese- 14
tese okuja gyemuli; so siribazitowerera: kuba-
nga sinonya byamwe, wabula mwe: kubanga
tekibagwanira abana okubaterekera abakade,
wabula abakade okubaterekera abana. Era ndi 15
wayo era ndiwebwayo nesanyu eringi olwobu-
lamu bwamwe. Bwensinga okubagala enyo,
njagalibwa katono? Naye si musango, nze sa- 16
bazitowerera, naye, bwenali omugerengetanya,
nabatega mu lukwe. Omuntu yena gwenaba- 17
tumira namufunya amagoba eri mwe? Namu- 18

bulirira Tito, nentuma owoluganda awamu naye. Tito yafuna amagoba eri mwe? tetwatambula Nomwoyo omu? tetwatambulira mu kisinde kimu?

19 Obweda mulowozeza nga fe tubawoleza ensonga. Mu maso ga Katonda twogera mu Masiya. Naye byona, abagalwa, bya kubazimba mwe.
20 Kubanga ntide, bwendija, mpozi okubasanga nga mufanana nga bwesagala, nange mwe (muleme) okunsanga nga nfanana nga bwemutayagala; mpozi okubera eyo okuyomba, obugya, obusungu, empaka, okulyolyoma, okugeya, okwe-
21 gulumiza, okujema; bwendija nate, Katonda wange aleme okuntowaza eri mwe, nange okubanakuwalira abangi abayonona eda nebatenenya obugwagwa nobwenzi nobukaba bwebakola.

13.

1 KAKANO njija gyemuli omulundi ogwokusatu. Mu kamwa kabajulirwa ababiri oba basatu buli
2 kigambo kirinyuwera. Nalalika era ndalika, nga (bwenakola) bwenaliyo omulundi ogwokubiri, era ne kakano bwentyo nga siriyo, (mbagamba) abo abayonona eda nabalala bona, nti,
3 bwendija nate, sirisasira; kubanga munonya ekitegeza nga Masiya ayogerera munze; atali munafu eri mwe, naye alina amanyi mumwe:
4 kubanga yakomererwa olwobunafu, naye mulamu olwamanyi ga Katonda. Kubanga nafe tuli banafu muye, naye tuliba balamu awamu
5 naye olwamanyi ga Katonda eri mwe. Mwekebere mweka obanga muli mu kukiriza; mwekeme mweka. Oba temwetegera mweka nga Isa Masiya ali mumwe? wabula nga muli aba-

tasimibwa. Naye nsubira nga mulitegera nga 6
fe tetuli batasimibwa. Era tusaba Katonda 7
mwe muleme okukola obubi bwona; si fe
tulyoke tulabike ngabasimibwa, wabula mwe
okukola obulungi, fe newetulibera ngabatasimi-
bwa. Kubanga tetuinza kuziiza mazima, wa- 8
bula okubera amazima. Kubanga tusanyuka fe 9
bwetuba abanafu, namwe bwemuba namanyi:
era na kino tukisaba, mwe okutukirira. Kye- 10
nvude mpandika ebyo nga siri eyo, bwembera
eyo neme okuba omukambwe, ngobuinza bwe-
buli Mukama wafe bweyampa olwokuzimba, so
si lwa kumenya.

Ekyenkomerero, aboluganda, mweraba. Mu- 11
tukirire; musanyusibwe; mulowoze bumu; mu-
bere nemirembe: ne Katonda owokwagala
nemirembe aliba namwe. Mulamusagane noku- 12
nywegera okutukuvu.

Abatukuvu bona babalamusiza. 13

Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya, nokwa- 14
gala kwa Katonda, nokusekimu Okwomwoyo
Omutukuvu, bibere namwe mwena.

EBALUWA YA PAULO ERI ABAGALATIYA.

1.

1 Paulo omutume [atava mu bantu newakuba-
de okuita eri omuntu, wabula eri Isa Masiya ne
2 Katonda Kitafe, eyamuzukiza mu bafu], nabo-
luganda bona abali nange (tuwandikide) ekanisa
3 Ezegalatiya: ekisa (kibe) gyemuli nemirembe
ebiva eri Katonda Kitafe, ne Mukama wafe Isa
4 Masiya, eyewayo olwebibi byafe, alyoke atu-
gye mu mirembe gino egiriwo emibi nga bweya-
5 yagala Katonda era Kitafe, awebwe ekitibwa
emirembe nemirembe. Amina.
6 Newunya kubanga mumusenguka mangu bwe-
muti eyabaita mu kisa kya Masiya okugenda eri
7 enjiri efanana obulala; si ndala, wabula abantu
ababateganya, abagala okukyusiza dala enjiri ya
8 Masiya. Naye obanga fe oba malaika ava mu
gulu bwababuliranga enjiri wabula nga bwetwa-
9 babulira, akolimirwe. Nga bwetwasoka okwoge-
ra, bwentyo bwenjogera kakano nate nti Omu-
ntu bwababuliranga enjiri wabula nga bwemwa-
10 webwa, akolimirwe. Kubanga kakano mpembe-
ra abantu nantiki Katonda? Nantiki nsala ama-
gezi okusimibwa abantu? Singa nali nga nkya-
simibwa abantu, sandibade mudu wa Masiya.
11 Kubanga mbategeza, abolugánda, nti enjiri
12 eyabulirwa nze si ya buntu: kubanga nange sa-

giwebwa muntu so saigirizibwa, wabula mu kubikulirwa kwa Isa Masiya. Kubanga mwawulira 13
bwenabanga eda mu mpisa Zekiyudaya, nga naiganya ekanisa ya Katonda awatali kigero nenginyaga, nempitiriza mu mpisa Zekiyudaya 14
okusinga abangi bwetwakula mu gwanga lyafe, nga mbakira okubera nobugya obungi enyo mu mpisa zenawebwa bajaja bange. Naye Katonda 15
bweyasima, eyanjawula okuva mu lubuto lwa mange, nampita olwekisakye, okubikula Omwanawe 16
munze, ndyoke mubulire mu bamawanga; amangwago satesa nomubiri nomusai: so sayambuka Eyerusalemi eri abo abansoka okubera abatume: naye nagenda mu Buwalabu, nenkomawo nate mu Damasiko.

Awo bwewaitawo emyaka esatu nenyambuka 18
Eyerusalemi okulaba Kefa, nemalayo gyali enaku kumi na tano. Naye salaba mulala ku 19
batume wabula Yakobo muganda wa Mukama wafe. Kale, byempandika, laba, mu maso ga 20
Katonda nga sirimba. Awo neng'enda munju- 21
wi Ezebusuli ne Kirikiya. Nemba nga sinaba 22
kutegerebwa mu maso ekanisa Ezebuyudaya eziri mu Masiya: naye nebawulira buwulizi nti 23
Eyatuiganyanga eda kakano abulira okukiriza kweyanyaganga eda; nebamugulumiza Katonda 24
olwange.

2.

Awo oluvanyuma, emyaka bwegyaitawo kumi 1
nena, nalinya Eyerusalemi wamu ne Balanaba nentwala ne Tito. Nalinyayo lwa kubikulirwa; 2
nembanjulira enjiri, gyembulira mu bamawanga, naye mu kyama eri abo abatenderezebwa, mpo-

zi neme okugendera obwerere oba nga ng'enze.
3 Naye newakubade Tito eyali awamu nange,
eyali Omuyonani, teyawalirizibwa kukomolebwa:
4 naye olwaboluganda abobulimba abaingizibwa
mu kyama, abaingira mu kyama okuketa ede-
mbe lyafe lyetulina mu Masiya Isao, kututeka
5 mu budu: abo tetwabagonderako sawa nemu
okufugibwa bo; amazima genjiri ganyuwere gye-
6 muli. Naye abatenderezebwa okuba abakulu
[nga bwebali bwe bumu gyendi; Katonda taso-
sola mu bantu]—abatenderezebwa nze tebanyo-
7 ngerako kintu: naye bulala, bwebalaba nga nate-
resebwa enjiri yabo abatali bakomole, nga Petero
8 eyabakomole [kubanga eyakolera Petero olwobu-
tume bwabakomole ye yakolera nange olwabama-
9 wanga]; era bwebategera ekisa kyenawebwa,
Yakobo ne Kefa ne Yokana, abatenderezebwa
okuba empagi, nebatuwa omukono ogwadyo
ogwokusekimu nze ne Balanaba, fe tugende eri
10 abamawanga, bo bagende eri abakomole; kyoka,
tujukirenga abavu; ekyo nokunyikira kyena-
nyikirira enyo okukikola.
11 Naye Kefa bweyaja Antiokiya, namuziiza mu
12 maso, kuba ngaziza omusango. Kubanga olube-
ryeberye abantu nga tebanaba kuja kuva wa Ya-
kobo, yalyanga nabamawanga: naye bwebaja, ne-
yeyawula nabawukanako, ngatya abakomole.
13 Era Nabayudaya abalala bona nebakusakusa
wamu naye; ne Balanaba nokutwalibwa natwali-
14 bwa obukusa bwabwe. Naye bwenalaba nga te-
bakwata kubo golokofu mu mazima genjiri, nemu-
gambira Kefa mu maso gabwe bona nti Obanga
gwe bwoli Omuyudaya ogoberera empisa zaba-
mawanga ezitali za Kiyudaya, owaliriza otya
abamawanga okugoberera empisa Zekiyudaya?

Fe Abayudaya abobuzaliranwa abatali ba mu 15
bamawanga abalina ebibi, naye bwetumanyi ngo- 16
muntu tawebwa butukirivu lwa bikolwa bya mateka wabula olwokukiriza Isa Masiya, era nafe twakiriza Masiya Isa, tulyoke tuwebwe obutukirivu olwokukiriza Masiya, naye si lwa bikolwa bya mateka: kubanga olwebikolwa ebyamateka tewali alina omubiri aliwebwa obutukirivu. Naye 17
bwetwayagala okuwebwa obutukirivu mu Masiya, obanga twalabibwa nafe okuba nebibi, kale Masiya muwereza wa kibi? Kitalo. Kubanga bwenzi- 18
mba nate byenasula, neraga nzeka okuba omwononyi. Kubanga olwamateka nafa ku mateka, 19
ndyoke mbe omulamu eri Katonda. Nakomere- 20
rwa wamu ne Masiya; naye ndi mulamu; si kubwange nate, naye Masiya ye mulamu munze: era obulamu bwenina kakano mu mubiri, mbulina mu kukiriza Omwana wa Katonda eyanjagala neyewayo kulwange. Sidibya kisa kya Katonda: 21
kubanga obutukirivu bwebuba mu mateka, nga Masiya yafira bwerere.

3.

Mwe Abagalatiya abatalina magezi, ani eyaba- 1
loga abawandikirwa Isa Masiya mu maso gamwe ngakomererwa? Kino kyoka kyenjagala mwe 2
okuntegeza nti Mwawebwa Omwoyo lwa bikolwa byamateka nantiki lwa kuwulira kwa kukiriza? Bwemutyo bwemutalina magezi? Abasokera 3
mu Mwoyo, kakati mutukiririzibwa mu mubiri? Mwabonyabonyezebwa ebyenkana awo bya bwe- 4
rere? oba bwerere. Abawa Omwoyo, akola ebya- 5
manyi mumwe, (agira) lwa bikolwa bya mateka nantiki lwa kuwulira kwa kukiriza? Nga Ibula- 6

imu bweyakiriza Katonda, nekumubalirwa oku-
7 bera obutukirivu. Kale mutegere ngabaima mu
8 kukiriza be bana ba Ibulaimu. Nekyawandikibwa bwekyalaba eda Katonda bwaligawa amawanga obutukirivu olwokukiriza, nekibulira oluberyeberye Ibulaimu enjiri nti Mugwe amawanga
9 gona mwegaliwerwa omukisa. Bwekityo abaima mu kukiriza bawerwa omukisa awamu ne Ibulai-
10 mu eyalina okukiriza. Kubanga bona abaima mu bikolwa byamateka, bafugibwa kikolimo: kubanga kyawandikibwa nti Akolimidwa buli atabinyikirira byona ebyawandikibwa mu kitabo
11 kyamateka, okubikola. Era kimanyibwa nga mu mateka tewali awebwa butukirivu eri Katonda: kubanga nti Abatukirivu balibera balamu
12 lwa kukiriza; naye amateka tegaima mu kukiriza; naye nti Omuntu agakola alibera mulamu mugo.
13 Masiya yatununula mu kikolimo kyamateka, bweyafuka ekikolimo kulwafe: kubanga kyawandikibwa nti Akolimidwa buli awanikidwa ku
14 muti: omukisa gwa Ibulaimu gulyoke gutuke eri amawanga mu Masiya Isa; tulyoke tuwebwe ekyasubizibwa Ekyomwoyo olwokukiriza.

15 Aboluganda, njogera mu buntu: endagano newakubade nga ya muntu buntu bwemala okunyuwera tewali agigyawo newakubade agyongerako.
16 Ebyasubizibwa byagambibwa Ibulaimu nomuzukuluwe. Tayogera nti Neri abazukulu, nga bangi, naye ngomu nti Neri omuzukuluwo,
17 ye Masiya. Kino kyenjogera nti Endagano eyasoka okunyuwezebwa Katonda, amateka agaja nga waisewo emyaka ebikumi bina mwasatu
18 tegagigyawo nokudibya ekyasubizibwa. Kuba obanga obusika buva mu mateka, nga tebuva nate mu kusubiza: naye Katonda yabuwa Ibula-

imu olwokusubiza. Kale amateka kiki? Gasi- 19
bwawo lwa kwonona okutusa walijira omuzuku-
lu eyasubizibwa, galagirwa bamalaika mu mi-
kono gyomuntu eyali wakati. Naye ali wakati 20
si womu; naye Katonda yomu. Kale amateka 21
tegatabagana nebyasubizibwa Katonda? Kitalo:
kuba singa amateka gawebwa nga ge gainza
okuleta obulamu, dala obutukirivu bwandibade
mu mateka. Naye ebyawandikibwa byabisiba 22
byona mu bufuge bwekibi, abakiriza balyoke
bawebwe ekyasubizibwa ekiva mu kukiriza Isa
Masiya.

Naye okukiriza nga tekunaba kuja, twakumi- 23
rwanga mu bufuge bwamateka, nga tusibibwa
olwokukiriza okugenda okubikulwa. Bwekityo 24
amateka yali mutwazi wafe eri Masiya, tulyoke
tuwebwe obutukirivu lwa kukiriza. Naye oku- 25
kiriza bwekumaze okuja, tetukyali mu bufuge bwa
mutwazi. Kubanga mwe mwena muli bana ba 26
Katonda olwokukiriza, mu Masiya Isa. Kubanga 27
mwena ababatizibwa okuingira mu Masiya, mwa-
yambala Masiya. Tewali Muyudaya newakubade 28
Omuyonani, tewali mudu newakubade owede-
mbe, tewali musaja na mukazi: kubanga mwe
mwena muli omu mu Masiya Isa. Era mwe 29
bwemuli aba Masiya, kale muli zade lya Ibula-
imu, (era muli) basika ngokusubiza bwekwali.

4.

Nayb njogera nti omusika ngakyali muto ta- 1
yawulwa na mudu na katono, newakubade nga
ye mukama wa byona; naye afugibwa abasigire 2
nabawanika okutusa entuko kitawe zeyalagira
eda. Bwetutyo nafe, bwetwali abato, twali 3

badu nga tufugibwa ebyoluberyeberye ebyomu-
4 nsi: naye okutukirira kwebiro bwekwatuka,
Katonda natuma Omwanawe eyazalibwa omuka-
5 zi, eyazalibwa ngafugibwa amateka, alyoke aba-
nunule abafugibwa amateka, tulyoke tuwebwe
6 okufuka abana. Era kubanga muli bana, Ka-
tonda yatuma Omwoyo Gwomwanawe mu miti-
7 ma gyafe, ngakaba nti Aba, Kitafe. Bwekityo
nawe tokyali mudu, naye mwana; obanga oli
mwana, era oli musika kubwa Katonda.

8 Naye mu naku ziri bwemutamumanya Ka-
tonda, mwali badu ba bali abatali bakatonda mu
9 buwangwa: naye kakano bwemutegede Katonda,
oba ekisinga bwemutegedwa Katonda, mukyuka
mutya enyuma mu bigambo ebyoluberyeberye
ebitalina manyi ebinafu, ate byemwagala okufu-
10 gibwa byo omulundi ogwokubiri? Mukwata
11 enaku nemyezi nebiro nemyaka. Mbakeng'e-
ntererwa okubategana kwange gyemuli okuba
okwobwerere.

12 Mubere nga nze, kubanga nange nga mwe,
abolugandа, mbegairide. Temunyononanga:
13 naye mumanyi ngolwobunafu bwomubiri naba-
14 bulira enjiri omulundi ogwoluberyeberye: era
okukemebwa kwamwe okwomumubiri gwange te-
mwakunyoma so temwakukolondola, naye mwa-
nzikiriza nga malaika wa Katonda, nga Masiya
15 Isa. Kale okwetenda kwamwe kuliruwiwa?
kubanga ndi mujulirwa wamwe nti, singa kyali
kiinzika, mwandigyemu amaso gamwe nemugawa
16 nze. Kale nfuse mulabe wamwe nga mbabulira
17 amazima? Begonza gyemuli (naye) si bulungi;
naye kyebagala kwe kubagalira ebweru, mwe mu-
18 lyoke mwegonze gyebali. Naye kirungi abantu
okwegonzanga mu bulungi enaku zona, naye si

nze Lwembera namwe lwoka. Abana bange 19
abato, benumwa nate okutusa Masiya lwalibumbibwa mumwe, era nandyagade okubera namwe 20
kakano, nokuwanyisa edobozi lyange, kubanga mbusabusa olwebigambo byamwe.

Mumbulire mwe abagala okufugibwa amateka, 21
temuwulira mateka? Kubanga kyawandikibwa 22
nti Ibulaimu yalina abana babiri, omu wa muzana, omu wa wa dembe. Naye owomuzana 23
yazalibwa lwa mubiri; naye owowedembe lwa kusubiza. Ebyo bya lugero: kubanga (abakazi) 24
abo ze ndagano biri; emu eva ku lusozi Sinai, ezala olwobudu, eyo ye Agali. Agali oyo lwe 25
lusozi Sinai oluli mu Buwalabu, era yenkananka-na ne Yerusalemi ekya kakano: kubanga mudu wamu nabanabe. Naye Yerusalemi ekyomugu- 26
lu kye kyedembe, ye nyafe. Kubanga kyawa- 27
ndikibwa nti

Sanyuka, omugumba atazala;
Baguka okwogerera wagulu, atalumwa:
Kubanga abana boyo eyalekebwayo bangi okusinga aboyo alina omusaja.

Naye fe, abaluganda, tuli bana ba kusubiza nga 28
Isaka bweyali. Naye nga mu biro biri eyazalibwa 29
olwomubiri nga bweyaiganya (eyazalibwa) olwomwoyo, bwekityo ne kakano. Naye ebyawandi- 30
kibwa byogera bitya? nti Goba omuzana nomwanawe: kubanga omwana womuzana talisikira wamu nomwana wowedembe. Kale, abaluganda, 31
fe tetuli ba muzana, naye ba wa dembe. Mu 5
dembe Masiya yatufula ba dembe: kale munyuwere, muleme okusibibwa nate mu kikoligo kyobudu.

Laba, nze Paulo mbagamba nti bwemulikomolebwa, Masiya talibako kyalibagasa. Era 2 3

nate mutegeza buli muntu akomolebwa nti
alina ebanja eryokukola ebyamateka byona.
4 Mwawulidwa eri Masiya, mwe abagala okuwe-
bwa obutukirivu mu mateka; mugude okuva
5 mu kisa. Kubanga fe Kubwomwoyo olwokuki-
6 riza tulindirira esubi eryobutukirivu. Kubanga
mu Masiya Isa okukomolebwa tekulina manyi
newakubade obutakomolebwa, wabula okukiriza
7 okukola olwokwagala. Mwali mutambula bulu-
8 ngi; ani eyabaziiza obutagondera mazima? Oku-
9 wemba okwo tekwava eri oyo abaita. Ekizi-
mbulukusa ekitono kizimbulukusa ekitole kyona.
10 Mbesiga mwe mu Mukama wafe, nti temulirowoza kigambo kirala: naye oyo abateganya ali-
11 bako omusangogwe, yena yena bwabera. Naye
nze, aboluganda, obanga nkyaigiriza okukomole-
bwa, kiki ekikyanjiganyisa? kale enkonge eyo-
12 musalaba ngevudewo. Nandyagade bali ababa-
bugutanya nokweyawula beyawule.
13 Kubanga mwe, aboluganda, mwaitibwa kwa
dembe; naye edembe lyamwe lireme okubera
omubiri kweguima, naye olwokwagala muwere-
14 zaganenga mweka na mweka. Kubanga ama-
teka gona gatukirira mu kigambo kimu, mu
kino nti Oyagalanga muntu muno nga bwewe-
15 yagala weka. Naye bwemulumagana, bwemu-
lyang'ana, mulabe mulême okwemalawo mweka
na mweka.
16 Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo,
17 awo temulitukiriza kwegomba kwa mubiri. Ku-
banga omubiri gwegomba nga guwakana No-
mwoyo, Nomwoyo nga guwakana nomubiri;
kubanga ebyo byolekanye, muleme okukola
18 ebyo byemwagala. Naye bwemulung'amizibwa
19 Omwoyo, nga temufugibwa mateka. Naye ebi-

kolwa byomubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifananyi, oku- 20
loga, obulabe, okuyomba, obugya, obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu, etima, obuta- 21
mivu, ebinyumu, nebiri ngebyo: nsoka okuba-
bulira kwebyo, nga bwenasoka okubabulira, nti
bali abakola ebiri ngebyo tebalisikira bwakabaka
bwa Katonda. Naye ebibala Byomwoyo kwe 22
kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza,
ekisa, obulungi, okukiriza, obuwombefu, okwe-
gendereza: ku biri ngebyo tewali mateka. 23
Nabo aba Masiya Isa bāgukomerera omubiri 24
wamu nokukwatibwa nokwegomba kwagwo.
Bwetuba abalamu Kubwomwoyo, era tuta- 25
mbule Kubwomwoyo. Tuleme okwenyumiri- 26
rizanga obwererc, nga twesunguwaza feka na
feka, nga tukwatibwa obugya feka na feka.

6.

Aboluganda, omuntu bwalabibwanga ngayo- 1
nonye, mwe abomwoyo mumulongosenga ali
bwatyo mu mwoyo gwobuwombefu; nga we-
kuma weka nawe oleme okukemebwa. Mu- 2
beraganenga emigugu mweka na mweka, mutu-
kirizenga bwemutyo eteka lya Masiya. Ku- 3
banga omuntu bweyerowoza okuba ekintu, nga
si kintu, nga yerimbalimba. Naye buli muntu 4
akemenga omulimugwe kububwe, nalyoka abera
nokwenyumiriza kububwe yeka so si kubwa
mulala. Kubanga buli muntu alyetika omutwa- 5
logwe ye.
Naye aigirizibwa ekigambo asenga ekimu noyo 6
aigiriza mu birungi byona. Temulimbibwanga; 7
Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyona

8 kyasiga era kyalikungula. Kubanga asigira omu-
birigwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda;
naye asigira Omwoyo, alikungula mu Mwoyo
9 obulamu obutagwawo. Tuleme okudiriranga
mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwebi-
10 rituka, tulikungula, nga tetuzirise. Kale, bwe-
tunalabanga ebanga, tubakolenga obulungi bona,
naye okusinga abo abali mu nyumba eyoku-
kiriza.

11 Mulabe bwembawandikide mu nukuta enene
12 nomukono gwange nze. Bona abagala okuwo-
mereza mu mubiri be babawaliriza okukomole-
bwa; kyoka baleme okuiganyizibwa olwomusalaba
13 gwa Masiya. Kubanga era nabo abakomole-
bwa tebagakwata amateka be nyini; naye ba-
gala mwe okukomolebwa, balyoke benyumiriri-
14 zenga ku mubiri gwamwe. Naye nze sagala
kwenyumiriza wabula ku musalaba gwa Mukama
wafe Isa Masiya; olwogwo Ensi ekomeredwa
15 gyendi, nange eri Ensi. Kubanga okukomole-
bwa si kintu, newakubade obutakomolebwa, wa-
16 bula ekitonde ekigya. Nabo bona abalitambu-
lira mu teka eryo, emirembe (gibenga) kubo,
nokusasirwa, ne ku Isirneri wa Katonda.

17 Okutanula kakano, omuntu yena aleme oku-
nteganyanga: kubanga ntwala enkovu za Isa
nga zisalidwa ku mubiri gwange.

18 Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya kibere
wamu nomwoyo gwamwe, aboluganda. Amina.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABEFESO.

1.

PAULO, omutume wa Masiya Isa olwokwagala 1
kwa Katonda, eri abatukuvu abali mu Efeso na-
bakiriza mu Masiya Isa: ekisa kibere gyemuli 2
nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne Muka-
ma (wafe) Isa Masiya.

Yebazibwe Katonda Kitawe wa Mukama 3
wafe Isa Masiya, eyatuwa buli mukisa gwona
Ogwomwoyo mu (bifo) ebyomugulu mu Masi-
ya. nga bweyatulondera muye ngensi tenaba 4
kutondebwa, fe okubera abatukuvu abatalina
kabi mu masoge mu kwagala: bweyatwawula 5
eda okumufukira abana kubwa Isa Masiya, nga
bweyasima mu kwagalakwe, ekitibwa kyekisa-
kye kiryoke kitenderezebwe, kyeyatuwa obuwa 6
mwoyo omwagalwa. eyatuwesa okununulibwa 7
kwafe olwomusaigwe, okusonyibwa ebyonono
byafe, ngobugaga obwekisakye bwebuli, kye- 8
yasukiriza gyetuli mu magezi gona nokutegera
kwona, bweyatutegeza ekyama ekyokwagalakwe, 9
nga bweyasima yeka, nga bweyamalirira eda
muye, olwobuwanika obwomubiro ebitukirivu, 10
okugatira awamu byona mu Masiya, ebiri mu
gulu nebiri kunsi; mwoyo nafe mwetwafukira 11

obusika, bwetwayawulibwa eda mu kumalirira
kwoyo akoza byona nga bwayagala mu kutesa-
12 kwe; fe tulyoke tubere etendo lyekitibwakye,
13 fe abasoka okusubira mu Masiya: era namwe
muye, bwemwawulira ekigambo ekyamazima,
enjiri eyobulokovu bwamwe, mwoyo, nokukiriza
bwemwakiriza, nemutekebwako akabonero No-
14 mwoyo Omutukuvu eyasubizibwa, gwe musingo
gwobusika bwafe, okutusa envuma (ya Kato-
nda) lwerinunulibwa, ekitibwakye kitendereze-
bwe.
15 Nange kyenva sirekayo kwebaza kulwamwe,
bwenawulira okukiriza Mukama wafe Isa oku-
li mumwe, era kwemulaga eri abatukuvu bona,
16, 17 nga mbogerako mu kusaba kwange; Ka-
tonda wa Mukama wafe Isa Masiya, Kitafe
owekitibwa, abawe omwoyo ogwamagezi no-
18 gwokubikulirwa mu kumutegera ye; nga mu-
mulisibwa amaso agomutima gwamwe, mwe
okumanya esubi eryokuitakwe bweriri, obugaga
obwekitibwa ekyobusikabwe mu batukuvu bwe-
19 buli, era obukulu obusinga enyo obwamanyige eri
fe abakiriza bwebuli, ngobuinza obwamanyige
20 bwebukola, geyakoza mu Masiya, bweyamuzukiza
mu bafu, namutuza ku mukonogwe ogwadyo mu
21 (bifo) ebyomugulu, wagulu nyo okusinga okufuga
kwona nobuinza namanyi nobwami na buli li-
nya eryatulwa si mu mirembe gino gyoka naye
22 ne mwegyo egigenda okuja: nabiteka byona
wansi webigerebye, namutekawo okuba omutwe
23 ku byona eri ekanisa, gwe mubirigwe, okutuki-
rira kwoyo atukiriza byona mu byona.

2.

Era namwe (yabazukiza) bwemwali nga mu- 1
firide mu byonono nebibi byamwe, byemwata- 2
mbulirangamu eda ngemirembe Egyensi eno
bwegiri, okugoberera omukulu wobuinza obwo-
mubanga, omwoyo ogukoza kakano mu bana
abatawulira; era nafe fena betwatambuliranga- 3
mu eda mu kwegomba kwomubiri gwafe, nga
tukola omubiri nebirowozo byebyagala, netubera
olwobuzaliranwa abana bobusungu, nga nabala-
la: naye Katonda, kubanga ye mugaga wekisa, 4
olwokwagalakwe okungi kweyatwagala fe, era fe 5
bwetwali nga tufiride mu byonono byafe, yatu-
fula abalamu awamu ne Masiya [mwalokoka lwa
kisa], natuzukiza wamu naye, natutuza wamu 6
mu (bifo) ebyomugulu mu Masiya Isa: mu mi- 7
rembe egigenda okuja alyoke alage obugaga obu-
singa enyo obwekisakye mu bulungi (obuli) gye-
tuli mu Masiya Isa: kubanga mwalokoka lwa kisa 8
lwa kukiriza; so tekwava gyemuli: kye kirabo
kya Katonda: tekwava mu bikolwa, omuntu 9
yena aleme okwenyumirizanga. Kubanga fe 10
tuli mulimugwe, abatonderwa mu Masiya Isa
olwebikolwa ebirungi, Katonda byeyasoka oku-
tekateka fe okubitambuliramu.

Kale mujukire ngeda mwe, abali abamawa- 11
nga mu mubiri, abaitibwa Abatakomolebwa abo
abaitibwa Abakomole, mu mubiri okukolebwa
nemikono; nga mu biro biri mwali nga muli 12
wala ne Masiya, mwali nga muboledwa mu kika
kya Isiraeri, era mwali banagwanga eri endaga-
no ezokusubiza, nga temulina kusubira, nga te-
mulina Katonda munsi. Naye kakano mu Ma- 13

siya Isa mwe abali ewala eda musembezebwa
14 olwomusai gwa Masiya. Kubanga ye gye mire-
mbe gyafe, eyafula byombi ekimu, namenyawo
15 ekisenge ekya wakati ekyawula, bweyamala
okugyawo mu mubirigwe obulabe, etolati eyebi-
ragiro ebiri mu mateka; alyoke atonde muye
'ye nyini abo bombi okubera omuntu omu omu-
16 gya, okuleta emirembe; era alyoke atabaganye
bombi eri Katonda mu mubiri gumu olwomusa-
17 laba, bweya'tira obulabe kwogwo: naja nababu-
lira enjiri eyemirembe mwe abali ewala, nemire-
18 mbe abali okumpi: kubanga kubwoyo fe fembi
tulina okusembera kwafe eri Kitafe mu Mwoyo
19 gumu. Kale bwemutyo temukyali banagwanga
na baise, naye muli ba kika kimu nabatukuvu,
20 era ba mu nyumba ya Katonda, kubanga mwazi-
mbibwa ku musingi be batume ne banabi, Masi-
ya Isa ye nyini bwali ejinja edene eryokunso-
21 nda; mwoyo buli nyumba yona, bwegatibwa
obulungi, ekula okubera yekalu entukuvu mu
22 Mukama (wafe); mwoyo era namwe muzimbi-
bwa wamu okubera ekisulo kya Katonda mu
Mwoyo.

3.

1 Kale nze Paulo, omusibe wa Isa Masiya
2 kulwamwe abamawanga, oba mwawulira obuwa-
nika obwekisa kya Katonda kyenawebwa eri
3 mwe; bwenategezebwa ekyama mu kubikulirwa,
nga bwenawandika eda mu (bigambo) ebitono,
4 ebiinza okubategeza, bwemubisoma, okumanya
5 kwange mu kyama kya Masiya; ekitategeze-
bwa mu mirembe egyeda abana babantu, nga
kakano bwekibikulidwa abatumebe abatukuvu

ne banabi mu Mwoyo; abamawanga okubera 6
abasikira awamu, era abomubiri ogumu, era
abasekimu ekyasubizibwa mu Masiya Isa olwe-
njiri, gyenafukira omuwereza wayo, ngekirabo 7
ekyekisa kya Katonda bwekiri kyenawebwa
ngokukola kwamanyige bwekuli. Nze, omuto 8
okusinga abato abomubatukuvu bona, nawebwa
ekisa kino, okubulira abamawanga obugaga bwa
Masiya obutanonyezeka; nokubamulisiza bona 9
(balabe) okugaba kwekyama bwekuli, ekyakwe-
kebwa okuva eda neda lyona mu Katonda eya-
tonda byona; kakano abamasaza nabobuinza 10
mu (bifo) ebyomugulu bategezebwe mu kanisa
amagezi amangi aga Katonda agengeri enyingi,
ngokumalirira bwekuli okwemirembe (nemire- 11
mbe) kweyateseza mu Masiya Isa Mukama
wafe: mwetugya obuvumu bwafe nokusembera 12
nobugumu olwokumukiriza ye. Kyenva nsaba 13
mwe muleme okudirira olwebibonobono byange
kulwamwe, ebyo kye kitibwa kyamwe.

Kyenva nfukamirira Kitafe, buli kika ekyo- 14, 15
mugulu nekyokunsi kwekigya erinya, abawe 16
mwe, ngobugaga bwekitibwakye bwebuli, oku-
nyuwezebwa namanyi mu Mwoyogwe mu muntu
owomunda; Masiya atule mu mitima gyamwe 17
olwokukiriza; mubere nemizi munyuwezebwe mu
kwagala, mulyoke muwebwe amanyi okukwata 18
namagezi awamu nabatukuvu bona obugazi no-
buwanvu nobugulumivu nokugenda wansi bwebi-
ri, nokutegera okwagala kwa Masiya okusinga 19
okutegerwa, mulyoke mutukirire okutusa okutu-
kirira kwona okwa Katonda.

Kale oyo ainza okukola enyo okusingira dala 20
byona byetusaba oba byetulowoza, ngamanyi
bwegali agakolera mufe, awebwe ekitibwa mu 21

kanisa ne mu Masiya Isa okutusa emirembe nemirembe egitagwawo. Amina.

4.

1 Kyenva mbegairira nze omusibe mu Mukama (wafe) okutambula nga bwekusanira oku-
2 itibwa kwemwaitibwa, nobukakamu bwona no-
buwombefu, nokugumikiriza, nga muzibikiriza-
3 gana mu kwagalana, nga munyikira okwekuma
obumu Bwomwoyo mu kusibibwa nemirembe.
4 Omubiri (guli) gumu, Nomwoyo omu, era nga
namwe bwemwaitibwa mu kusubira okumu okwo-
5 kuitibwa kwamwe; Mukama (wafe) omu, oku-
6 kiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu,
Kitawe wa bona, afuga byona, aita mu byona,
7 era ali mu byona. Naye buli muntu mufe ya-
webwa ekisa ngekigero kyekirabo kya Masiya
8 bwekiri. Kyava ayogera nti

Bweyalinya wagulu, nanyaga okunyaga,
Nabawa abantu ebirabo.

9 [Naye (ekigambo) ekyo nti Yalinya, kiki wabu-
la (okugamba) nti era ya'ka mu njuwi eza wansi
10 ezensi? Eya'ka era ye wuyo eyalinya wagulu
enyo okusinga egulu lyona, alyoke atukirize byo-
11 na.] Era oyo nawa abalala (okubera) abatume,
nabalala banabi, nabalala ababulizi, nabalala aba-
12 lunda nabaigiriza; olwokutukiriza abatukuvu,
olwomulimu ogwokuwereza, olwokuzimba omu-
13 biri gwa Masiya: okutusa lwetulituka fena mu
bumu obwokukiriza, nobwokutegera Omwana wa
Katonda, (lwetulituka) okuba omuntu omukulu
okutuka mu kigero ekyobukulu obwokutukirira
14 kwa Masiya: tuleme okubera nate abana abato,
nga tuyugana nga tutwalibwa buli mpewo eyo-

kuigiriza, mu bukusa bwabantu, munkwe, olwokugoberera okutesa okwobulimba; naye, bwe- 15
twogera amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuka muye mu byona, gwe mutwe, Masiya;
mwoyo omubiri gwona bwegugatibwa obulungi 16
negunyuwezebwa awamu buli nyingo ngereta ebyayo, ngokukola mu kigero okwa buli kitundu bwekuli, omubiri gweyongera okukula olwokwezimba mu kwagalana.

Kyenva njogera kino nentegeza mu Mukama 17
(wafe), mwe muleme okutambula nate, era ngabamawanga bwebatambula mu birowozo byabwe
ebitalimu, nga bazikizibwa amagezi gabwe, nga 18
bawulibwa mu bulamu bwa Katonda olwobutategera obuli mubo, olwokukakanyala okwomutima gwabwe; kubanga berabira okulumwa, nebewa- 19
yo mu bwenzi, okukola ebyobugwagwa bwona mu kwegomba. Naye mwe temwaiga bwemutyo 20
Masiya; obanga mwamuwulira, nemuigirizibwa 21
muye ngamazima bwegali mu Isa: mu bigambo 22
byempisa ezoluberyeberye, mwe okwambula omuntu oweda, avunda olwokwegomba okwobulimba; era okufuka abagya mu mwoyo ogwebiro- 23
wozo byamwe, okwambala omuntu omugya, eya- 24
tondebwa mu kifananyi kya Katonda mu butukirivu ne mu butukuvu obwamazima.

Kale mwambule obulimba, mwogerenga ama- 25
zima buli muntu ne mune: kubanga tuli bitundu bya banafe feka na feka. Musunguwalenga so te- 26
mwononanga: enjuba eremenga okugwa ku busungu bwamwe: so temumuwanga banga Setani. 27
Eya'banga aleme oku'ba nate: naye wakiri afu- 28
benge, ngakola ebirungi nemikonogye, alyoke abere nekyokumuwa eyetaga. Buli kigambo eki- 29
vundu kireme okuvanga mu kamwa kamwe, naye

ekirungi bwekinabangawo olwokuzimba nga (omuntu) bweyetaga, abawulira kibawe ekisa.
30 So temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu ogwa Katonda, eyabatesako akabonero okutusa olunaku olwokununulibwa. Okukawa kwona nobusungu nobukambwe nokukayana nokuvuma bibaveko, awamu netima lyona: era muberenga nobulungi mweka na mweka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagana, era nga Katonda bweyabasonyira mu Masiya.

5.

1 Kale mugobererenga Katonda, ngabana aba-
2 galwa; era mutambulirenga mu kwagala, era nga Masiya bweyabagala mwe, neyewayo kulwafe (okubera) ekirabo era sadaka eri Katonda oku-
3 bera evumbe eriwunya obulungi. Naye obwenzi nobugwagwa bwona nokwegomba nokwogerebwa tebyogerebwangako mumwe, nga bwekigwanira
4 abatukuvu; newakubade ebyensonyi, newakubade ebinyumizibwa ebyobusiru, newakubade oku-
5 balata, ebitasana: naye wakiri okwebazanga. Kubanga ekyo mukitegerera dala nga tewali mwenzi, oba mugwagwa, oba eyegomba, yasinza ebifananyi, alina obusika mu bwakabaka bwa Masiya ne
6 Katonda. Omuntu yena tabalimbanga nebigambo ebitalimu: kubanga olwebyo obusungu bwa
7 Katonda buja ku bana abatawulira. Kale temu-
8 sanga kimu nabo; kubanga eda mwali kizikiza, naye kakano (muli) musana mu Mukama (wafe):
9 mutambulenga ngabana bomusana [kubanga ebibala byomusana biri mu bulungi bwona nobutu-
10 kirivu namazima], nga mukebera Mukama wafe
11 kyayagala bwekiri; so temusanga kimu nebikolwa ebitabala ebyekizikiza, naye wakiri mubibuli-

rirenga bululirizi; kubanga kya nsonyi noku- 12
byogerako ebyo byebakola mu kyama. Naye 13
(ebigambo) byona, bwebibulirirwa, omusana gu-
birabisa: kubanga buli ekirabisibwa gwe musa-
na. Kyava ayogera nti Zukuka, gwe eyebase, 14
ozukire mu bafu, Masiya anakwakira.

Kale mulabe nyo bwemutambula, si ngabata- 15
lina magezi, naye ngabalina amagezi; nga mwe- 16
gulira ebanga, kubanga enaku zino mbi. Kale 17
temuberanga basirusiru, naye mutegere Mukama
wafe kyayagala bwekiri. So temutamiranga 18
mwenge, ogulimu okukayana, naye mujule
Omwoyo; nga mwogeragana mu zabuli nenyimba 19
nebiyiye Ebyomwoyo, nga muimba, nga mumu-
kubira enanga mu mutima gwamwe Mukama
wafe; nga mwebaza enaku zona olwa byona 20
Katonda Kitafe mu linya lya Mukama wafe Isa 21
Masiya; nga muwuliragana mu kutya Masiya.

Abakazi, (muwulirenga) babamwe, nga Mu- 22
kama wafe. Kubanga omusaja gwe mutwe 23
gwa mukaziwe, era nga Masiya bwali omutwe
gwekanisa, bwali omulokozi owomubiri ye nyini.
Naye ngekanisa bwewulira Masiya, nabakazi 24
bwebatyo (bawulirenga) bababwe mu buli (kiga-
mbo). Abasaja, mwagalenga bakazi bamwe, era 25
nga Masiya bweyayagala ekanisa, neyewayo ku-
lwayo; alyoke agitukuze ngamaze okugirongo- 26
sa nokuginaza nama'zi mu kigambo, alyoke agye- 27
retere ye nyini ekanisa eyekitibwa, nga terina
bala newakubade olufunyiro newakubade kyona
ekifanana nga bino; naye ebere entukuvu, eteriko
bulema. Era bwekibagwanide bwekityo abasaja 28
okwagalanga bakazi babwe be nyini ngemibiri
gyabwe be nyini. Ayagala mukaziwe ye nyini,
yeyagala yeka: kubanga tewali muntu eyali 29

akyaye omubirigwe ye nyini, naye agulisa aguja-
30 njaba, era nga Masiya (bwajanjaba) ekanisa; ku-
31 banga tuli bitundu bya mubirigwe. Omuntu kyanavanga aleka kitawe ne nyina neyegata ne mukaziwe; nabo bombi baliba omubiri gumu.
32 Ekyama kino kikulu: naye njogera ku Masiya
33 nekanisa. Naye era namwe buli muntu ayagalenga mukaziwe nga bweyeyagala yeka; nomukazi atyenga bawe.

6.

1 Abana abato, muwulirenga ababazala mu Mukama (wafe): kubanga kino kye kirungi
2 Osangamu ekitibwa kitawo ne nyoko [lye teka
3 eryoluberyeberye eririmu okusubiza], olyoke obere bulungi, era owangale enaku nyingi ku-
4 nsi. Namwe, bakitabwe, temusunguwazanga bana bamwe: naye mubalerenga mu kukangavula ne mu kubulirira kwa Mukama (wafe).
5 Abadu, muwulirenga bakama bamwe abomubiri nga mulina okutya nokukankana, omutima gwa-
6 mwe nga tegulimu bukusa, nga Masiya; si nga mu kuwereza okwomumaso, ngabagala okusimibwa abantu; naye ngabadu ba Masiya, nga mukola
7 nomwoyo Katonda byayagala, nga muwereza
8 nokwagala nga Mukama wafe so si bantu: nga mumanyi nti buli muntu ekirungi kyakola, kyaliwebwa nate eri Mukama (wafe), obanga mudu,
9 obanga wa dembe. Namwe, bakama babwe, mubakolenga bwemutyo, nga muleka okutisa: nga mumanyi nga Mukama wabwe era owamwe ali mu gulu, so tewali kusosola mu bantu gyali.
10 Ekyenkomerero, mubenga namanyi mu Mu-
11 kama (wafe) ne mu buinza obwamanyige. Mwambale ebyokulwanyisa byona ebya Katonda, mu-

lyoke muinze okuimirira eri enkwe za Setani.
Kubanga tetumegana na musai na mubiri, wa- 12
bula nabamasaza, nabobuinza, nabafuga ensi abo-
mukizikiza kino, nemyoyo egyobubi mu (bifo)
ebya wagulu. Kale mutwale ebyokulwanyisa 13
byona ebya Katonda, mulyoke muinze okuguma
ku lunaku olubi, era bwemulimala okukola byo-
na okuimirira. Kale muimirire, nga mwesibye 14
mu kiwato kyamwe amazima, era nga mwamba-
de ekyomukifuba obutukirivu, era nga munani- 15
se mu bigere okwetekateka okwenjiri eyemire-
mbe; era kwebyo byona nga mukwatideko enga- 16
bo eyokukiriza, eribainzisa okuzikiza obusale
bwona obwomuliro obwomubi. Muwebwe ne 17
sepewo eyobulokovu, nekitala Ekyomwoyo, kye
kigambo kya Katonda: nga musaba buli kisera 18
mu Mwoyo nokusaba nokwegairira kwona, era
nga mutunula olwo (kusaba) okwo mu kunyiki-
ra kwona nokwegairirira abatukuvu bona, era 19
nange ndyoke mpebwe okwogera okwasamya
akamwa kange, okutegeza nobuvumu ekyama
ekyenjiri, gyemberera omubaka wayo mu lujege- 20
re; njogerenga nobuvumu muyo, nga bweki-
ngwanira okwogera.

Naye namwe mulyoke mutegere ebifa gye- 21
ndi bwebiri, Tukiko, owoluganda omwagalwa era
omuwereza omwesigwa mu Mukama (wafe) alibа-
tegeza byona: gwembatumide olwensonga eno, 22
mulyoke mutegere ebifa gyetuli, era abasanyuse
emitima gyamwe.

Emirembe (gibe) eri aboluganda, nokwagala 23
awamu nokukiriza ebiva eri Katonda Kitafe ne
Mukama (wafe) Isa Masiya. Ekisa (kibere) 24
nabo bona abagala Mukama wafe Isa Masiya mu
butamala.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABAFIRIPI.

1.

1 Paulo ne Timoseo, abadu ba Masiya Isa, eri
abatukuvu bona mu Masiya Isa abali mu Firipi,
2 wamu nabalabirizi nabawereza: ekisa (kibere)
gyemuli nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne
Mukama (wafe) Isa Masiya.
3 Mwebaza Katonda wange buli lwembajukira,
4 enaku zona mu buli lwembasabira mwena nga
5 nsaba nesanyu, olwokusekimu kwamwe okwoku-
bunya enjiri okuva ku lunaku olwoluberyeberye
6 okutusa kakano; nga ntegerede dala kino ngoyo
eyatandika omulimu omulungi mumwe aligutuki-
7 riza okutusa ku lunaku lwa Isa Masiya: nga
bwekiri ekirungi nze okulowoza ekyo gyemuli
mwena, kubanga ndi namwe mu mutima gwange,
bwemusekimu mwena awamu nange mu kisa, mu
kusibibwa kwange era ne mu kuwolereza enjiri
8 nokuginyuweza. Kubanga Katonda ye muju-
lirwa wange, bwembalumirwa omwoyo mwena
9 mu kusasira kwa Masiya Isa. Era kino kyensa-
ba okwagala kwamwe kweyongereyongerenga ku-
10 sukirire mu kutegera nokwawula kwona; mulyo-
ke musime ebisinga obulungi; mubere abatalina
bukusa era abatalina kabi okutusa ku lunaku

lwa Masiya; nga mujude ebibala ebyobutukiri- 11
vu, ebiriwo kubwa Isa Masiya, Katonda awebwe
ekitibwa, atenderezebwe.

Naye njagala mwe okutegera, aboluganda, 12
ngebyambako byaja lwa kubunya bubunya
enjiri; nokusibibwa kwange nekulyoka kulabika 13
mu Masiya eri baserikale bona aba kabaka,
nabalala bona; naboluganda abasinga obungi 14
mu Mukama (wafe) nebalyoka baguma olwoku-
sibibwa kwange nebeyongera nyo okwang'anga
okubulira ekigambo kya Katonda nga tebatya.
Abalala babulira Masiya lwa bugya nokuyomba; 15
era nabalala (bamubulira) lwa kisa: bano (babu- 16
lira) lwa kwagala, nga bamanyi nga natekebwawo lwa kuwolereza enjiri: naye bali bamu- 17
bulira Masiya olwokuyomba, si mu mazima, nga
balowoza okundetera enaku mu kusibibwa kwa-
nge. Kale kiki? wabula nga mu ngeri zona, 18
oba mu bukusa oba mu mazima, Masiya abu-
lirwa; nekyo nkisanyukide, wewawo era ndisa-
nyuka. Kubanga manyi ngekyo kirinviramu 19
obulokovu olwokusaba kwamwe nokuwebwa
Omwoyo gwa Isa Masiya, nga bwentunulira 20
enyo nensubira nga sirikwatibwa nsonyi mu ki-
gambo kyona, wabula nga Masiya, ngenaku
zona, era ne kakano anagulumizibwanga mu
mubiri gwange mu buvumu bwona, oba mu
bulamu oba mu kufa. Kubanga gyendi okuba 21
omulamu ye Masiya, nokufa ge magoba. Naye 22
obanga okuba omulamu mu mubiri, okwo nga
kye kibala ekyomulimu (gwange), kale simanyi
kyeneroboza. Naye nziizibwa enjuwi zombiriri, 23
nga negomba okugenda okubera ne Masiya;
kubanga kwe kusinga enyo nyini: naye okubera 24
mu mubiri kwe kusinga okwetagibwa kulwa-

25 mwe. Era, kubanga ntegerede dala bwentyo,
manyi nga ndibera, era ndibera wamu namwe
mwena, olwokuitirira kwamwe nokusanyuka
26 okwokukiriza; okwenyumiriza kwamwe kulyoke
kusukirire mu Masiya Isa kubwange, nze olwo-
27 kuja gyemuli nate. Naye kyoka okutambula
kwamwe kubere nga bwekigwanira enjiri ya
Masiya: bwendija okubalabako oba nga siriwo,
ndyoke mpulire ebifa gyemuli, nga munyuwede
mu mwoyo gumu, nga mulwanirira okukiriza
28 okwenjiri nememe emu; songa temukangibwa
abalabe mu kigambo kyona: ke kabonero dala
gyebali akokuzikirira, naye eri mwe ka bulo-
29 kovu, era obuva eri Katonda; kubanga mwa-
webwa kulwa Masiya si kumukiriza kwoka, era
30 naye nokubonabona kululwe: nga mulina oku-
lwana kuli kwemwalaba gyendi, era kwemuwu-
lira kakano okuli gyendi.

2.

1 Kale obanga waliwo okukubagiza kwona mu
Masiya, obanga okusanyusa kwona okwokwagala,
obanga okusekimu kwona Okwomwoyo, obanga
2 okusasira nekisa, mutukirize esanyu lyange, mu-
lowoze bumu, nga mulina okwagala kumu,
3 omwoyo gumu, nga mulowoza bumu; temuko-
langa kintu kyona olwokuyomba newakubade
olwekitibwa ekitalimu, wabula mu buwombefu
buli muntu agulumizenga mune okusinga ye ye
4 nyini; temutunuliranga buli muntu ebibye
5 yeka, era naye buli muntu nebyabalala. Mwe
muberemu okulowoza kuli, era okwali mu Masiya
6 Isa: oyo bweyasoka okubera mu kifananyi kya
Katonda, teyalowoza kintu ekyegombebwa okwe-

nkananka ne Katonda, naye yegyako (ekitibwa), bweyatwala engeri yomudu, nabera mu kifananyi kyabantu; era bweyalabika omutindo ngomuntu, neyetowaza, ngawulira okutusa okufa, era okufa okwokumusalaba. Era Katonda kyeyava amugulumiza enyo namuwa erinya liri erisinga amanya gona; buli vivi lifukamirire erinya lya Isa eryebyomugulu nebyokunsi nebyawansi wensi, era buli lulimi lwatule nga Isa Masiya ye Mukama (wafe), Katonda Kitafe awebwe ekitibwa.

Kale, abagalwa bange, nga bwemwawuliranga enaku zona, si nga nze lwemberawo lwoka, naye kakano okusinga enyo nga siriyo, mutukirizenga obulokovu bwamwe be nyini nokutya nokukankana; kubanga Katonda yakoza mumwe okwagala nokukola, olwokusimakwe okulungi. Mukolenga byona awatali kwemulugunya nempaka; muleme okubako kyemunenyezebwa newakubade etima, abana ba Katonda abatalina mabala wakati wemirembe egyakyama emikakanyavu, gyemulabikiramu ngetabaza zomunsi, nga mwolesa ekigambo ekyobulamu; ndyoke mbere nokwenyumiriza ku lunaku lwa Masiya, kubanga sadukanira bwerere, so safubira bwerere. Naye newakubade nga nfukibwa ku sadaka nokuwereza okwokukiriza kwamwe, nsanyuka era nsanyukira wamu namwe mwena: era namwe bwemutyo musanyuke era musanyukire wamu nange.

Naye nsubira mu Mukama (wafe) Isa, okubatumira amangu Timoseo, nange ndyoke ng'ume omwoyo, bwendimala okutegera ebifa gyemuli. Kubanga sirina muntu (omulala) alina ememe eyenkana (neyoyo), aligenderera amazima ebya-

21 mwe. Kubanga abo bona banonya byabwe
22 be nyini, si bya Isa Masiya. Naye ekimute-
gezesa mukimanyi, nga yawereza wamu nange
23 olwenjiri, ngomwana eri kitawe. Kale oyo
nsubira okumutuma amangu, kyoka bwendimala
24 okulaba ebifa gyendi: naye nsubira mu Mukama
25 (wafe) nti nange ndija mangu. Naye nalaba
nga kigwanye okubatumira Epaferodito mu-
ganda wange, era mukozi munange, era mulwa-
nyi munange, naye ye mutume wamwe era
26 omuwereza webintu byenetaga; kubanga yaba-
lumirwa omwoyo mwe mwena, neyeralikirira nyo,
27 kubanga mwawulira nga yalwala: kubanga oku-
lwala yalwala yali kumpi nokufa: naye Katonda
yamusasira; so siye yeka, naye era nange, enaku
endala zireme okweyongera ku naku (zenina).
28 Kyenva njagala enyo okumutuma, bwemulimu-
laba nate mulyoke musanyuke, nange nkendeze
29 ku kunakuwala kwange. Kale mumwanirizanga
mu Mukama (wafe) nesanyu lyona; era abafa-
30 nana ngoyo mubasengamu ekitibwa: kubanga
yabulako katono afe olwomulimu gwa Masiya,
bweyasingawo obulamubwe alyoke atukirize
ebyabulako mu kuwereza kwamwe gyendi.

3.

1 Ebisigadeyo, baganda bange, musanyukire-
nga Mukama (wafe). Okubawandikira bimu
tekunkoya nze, naye kuleta mirembe gyemuli.
2 Mwekume embwa, mwekume abakozi ababi,
3 mwekume abesala: kubanga fe tuli abekomola,
abasinza Kubwomwoyo gwa Katonda, abenyu-
miririza mu Masiya Isa, era abatesiga mubiri:
4 newakubade nga nze nyinza nokwesiga omubiri:

ómuñtu ômulala yena bwalowoza okwesiga omu-
biri, nze musinga: nze eyakomolwa ku lunaku
olwomunana, owomugwanga lya Isiraeri, owo-
mukika kya Benyamini, Omweberaniya wawu;
mu mateka Mufalisayo; mu kunyikira, nga
njiganya ekanisa; mu butukirivu obuli mu ma-
teka, nalabika nga siriko kya kunenyezebwa.
Naye byona ebyali amagoba gyendi, ebyo na-
birowoza nga kufirwa olwa Masiya. Naye era
nebintu byona nabirowoza nga kufirwa olwobu-
lungi obungi obwokutegera Masiya Isa Mukama
wange: kubwoyo nafirwa ebintu byona, era mbi-
rowoza okubera amazi, ndyoke nfune amagoba
ye Masiya, era ndyoke ndabikire muye, nga
sirina butukirivu bwange obuva mu mateka,
wabula obutukirivu obuliwo olwokukiriza Ma-
siya, obuvâ eri Katonda mu kukiriza: ndyoke
mutegere ye nobuinza obwokuzukirakwe nokuse-
kimu okwebibonobonobye, nga nfananyizibwa
ngokufakwe; bwendiinza mu byona byona oku-
tuka ku kuzukira okwomubafu. Si kugamba
nti maze okuwebwa oba nti maze okutukiri-
zibwa: naye ngoberera era ndyoke nkikwate
ekyo kyeyankwatira Masiya Isa. Abaluganda
serowoza nze nga maze okukwata: naye kimu
(kyenkola), nga nerabira ebyo ebiri enyuma, era
nga nkununkiriza ebyo ebiri mu maso, ngo-
berera okutuka awawakanirwa awali empera
eyokuita kwa Katonda okwa wagulu mu Masiya
Isa. Kale fe fena abâtukirira, tulowoze ekyo:
era bwemulowoza ebirala mu kigambo kyona, era
Katonda alibabikulira nekyo: naye kyoka, kye-
tutuseko, tutambulirenga mwekyo.

Aboluganda, mugobererenga wamu nange, era
mulabirenga kwabo abatambula nga bwemulina

18 fe okuba ekyokulabirako. Kubanga bangi aba-
tambula benababulirako emirundi emingi, ne ka-
kano mbabulira nga nkaba amaziga, nga be balabe
19 abomusalaba gwa Masiya: enkomerero yabwe
kwe kuzikirira, Katonda wabwe lwe lubuto, era
ekitibwa kyabwe kiri mu nsonyi zabwe, balowo-
20 za bya munsi. Kubanga fe ekibuga kyafe kiri
mu gulu; era gyetulindiririra Omulokozi okuva-
21 yo, Mukama (wafe) Isa Masiya: aliwanyisa omu-
biri ogwokutowazibwa kwafe okufananyizibwa
ngomubiri ogwekitibwakye, ngokukola okwo
bwekuli okumuinzisa nokusa ebintu byona wa-
nsiwe.

4.

1 KALE, baganda bange abagalwa benumirwa
omwoyo, esanyu (lyange) era engule yange, mu-
imirire bwemutyo okunyuwerera mu Mukama
(wafe), abagalwa.
2 Mbulirira Ewodiya, era mbulirira Suntuke, ba-
3 lowozenga bumu mu Mukama (wafe). Nate era
nawe, mudu munange dala dala, nkwegairide
obabere abakazi abo, kubanga bākola emirimu
wamu nange mu njiri, era ne Kerementi, nabala-
la bakozi banange, amanya gabwe gali mu kita-
bo kyobulamu.
4 Musanyukirenga Mukama (wafe) enaku zona:
5 nate njogera nti Musanyukenga. Okuzibikiriza
kwamwe kumanyibwenga abantu bona. Muka-
6 ma wafe ali kumpi. Temweralikiriranga kiga-
mbo kyona kyona; naye mu kigambo kyona mu
kusaba nokwegairira awamu nokwebaza byemwa-
7 gala bitegezebwenga eri Katonda. Nemirembe
gya Katonda, egisinga okutegerwa kwona, giri-

bakuma emitima gyamwe nebirowozo byamwe mu Masiya Isa.

Ebisigadeyo, abaluganda, ebyamazima byona, 8
ebisanira ekitibwa byona, ebyobutukirivu byona, ebirongofu byona, ebyagalibwa byona, ebisimibwa byona; obanga waliwo obulungi, era obanga waliwo etendo, ebyo mubirowozenga. Byemwaiga era nemuwebwa nemuwulira nemu- 9
laba gyendi, ebyo mubikolenga: ne Katonda owemirembe alibera namwe.

Naye nsanyukide nyo Mukama (wafe) kuba- 10
nga kakano kyemuje musibuke okulowoza ebyange; naye ekyo okulowoza mwakirowozanga, naye temwalina banga. Si kubanga njogera 11
olwokwetaga: kubanga naiga, bwembera bwona, obutabako kyenetaga. Manyi okutowazibwa, 12
era manyi nokusukirira: mu buli kigambo ne mu bigambo byona naiga ekyama (kino) okukuta era nokulumwa enjala, okusukirira era nokwetaga. Nyinziza byona mwoyo ampa amanyi. 13
Naye mwakola bulungi okusekimu nebibonobono 14
byange. Era mwe, Abafiripi, mumanyi nga mu 15
kusoka kwenjiri, bwenava mu Makedoni, nga siwali kanisa eyasekimu nange mu kigambo ekyokugaba nokuwebwa, wabula mwe mweka; kuba- 16
nga era ne mu Sesalonika mwawereza omulundi gumu, era nogwokubiri, olwokwetaga kwange. Si kubanga nonya kirabo; naye nonya bibala 17
ebyeyongera ku muwendo gwamwe. Naye nina 18
ebintu byona, nensukirira: nzikuse, bwenamala okuwebwa Epaferodito ebyava gyemuli, evumbe eriwunya obulungi, esadaka ekirizibwa, esimibwa Katonda. Era Katonda wange anatukirizanga 19
buli kyemwetaga, ngobugagabwe bwebuli mu kitibwa mu Masiya Isa. Era Katonda era Ki- 20

tafe awebwe ekitibwa emirembe nemirembe. Amina.

21 Mulamuse buli mutukuvu mu Masiya Isa.
22 Aboluganda abali nange babalamusa. Abatukuvu bona babalamusa, naye okusinga abomunyumba ya Kaisali.
23 Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya (kibere) nomwoyo gwamwe.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABAKOLOSAI.

1.

PAULO omutume wa Masiya Isa olwokwagala 1
kwa Katonda, ne Timoseo owoluganda, eri aba- 2
tukuvu, aboluganda abesigwa mu Masiya abomu
Kolosai: ekisa kibere gyemuli nemirembe ebiva
eri Katonda Kitafe.

Twebaza Katonda Kitawe wa Mukama wafe 3
Isa Masiya, nga tubasabira enaku zona, bwetwa- 4
wulira okukiriza kwamwe mu Masiya Isa, no-
kwagala kwemulina eri abatukuvu bona, olwesu- 5
bi eryabaterekerwa mu gulu, lyemwawulira eda
mu kigambo ekyamazima agenjiri, eyaja gyemu- 6
li; era nga (bweri) munsi zona, ngebala ebibala
era ngekula, era nga ne mumwe, okuva ku luna-
ku bwemwawulira nemutegera ekisa kya Kato-
nda mu mazima; nga bwemwaigirizibwa Epafu- 7
la mudu munafe omwagalwa, ye muwereza
omwesigwa owa Masiya kulwafe, era eyatubulira 8
okwagala kwamwe mu Mwoyo.

Nafe kyetuva tutalekayo, okuva ku lunaku 9
bwetwawulira, okubasabira nokubegairirira mu-
lyoke mujuzibwe okutegera byayagala mu mage-
zi gona nokutegera Ebyomwoyo, okutambula 10
nga bwekisanira Mukama wafe olwokusimibwa

kwona, nga mubala ebibala mu buli kikolwa ekirungi, era nga mukulira mu kutegera Katonda;
11 nga muinzisibwa nobuinza bwona, ngamanyi agekitibwakye bwegali, olwokugumikiriza kwona
12 nokuzibikiriza awamu nokusanyuka; nga mwebaza Kitafe, eyatusanyiza fe omugabo ogwobusi-
13 ka obwabatukuvu mu musana, eyatulokola mu buinza obwekizikiza, natutwala mu bwakabaka
14 Obwomwanawe omwagalwa; mwetuberera no-
15 kununulwa, kwe kusonyibwa kwebibi byafe: oyo kye kifananyi kya Katonda atalabika, omuberye-
16 berye owebitonde byona; kubanga mwoyo ebintu byona mwebyatonderwa, mu gulu ne kunsi, ebirabika nebitalabika, obanga ntebe ezobwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu
17 byona byatondebwa ye, era ne kululwe; naye ye woluberyeberye mu byona, era ebintu byona bi-
18 berawo muye. Era oyo gwe mutwe gwomubiri, ye kanisa: oyo lwe luberyeberye, omuberyeberye owomubafu; ye alyoke abere owoluberyebe-
19 rye mu byona. Kubanga (Kitafe) yasima oku-
20 tukirira kwona okubera muye; nokutabaganyisa ebintu byona eri ye ye nyini muye, bweyamala okuleta emirembe olwomusai ogwomusalabagwe; muye okutabaganyisa oba ebyokunsi oba
21 ebyomugulu. Namwe, bwemwali eda banagwanga era abalabe mu kulowoza kwamwe mu
22 bikolwa ebibi, naye kakano yabatabaganyisa mu mubiri ogwenyamaye olwokufa, okubanjula abatukuvu, abataliko mabala abatanenyezebwa mu
23 masoge: bwemubera obubezi mu kukiriza, nga munyuwede, nga temusagasagana, songa temuvude mu subi lyenjiri gyemwawulira, eyabulirwa mu bitonde byona ebiri wansi wegulu; nze Paulo gyenafukira omuwereza wayo.

Kakano nsanyuse mu bibonobono byange ku- 24
lwamwe, era ntukiriza ebibulako mu kulaba ena-
ku kwa Masiya mu mubiri gwange olwomubiri-
gwe, ye kanisa; nze gyenafukira omuwereza 25
wayo, ngobuwanika bwa Katonda bwebuli bwe-
nawebwa gyemuli, okutukiriza ekigambo kya Ka-
tonda, ekyama ekyakwekebwa okuva eda neda 26
nemirembe nemirembe: naye kakano kyolesebwa
eri abatukuvube, Katonda beyayagala okutegeza 27
obugaga obwekitibwa ekyekyama kino bwebuli
mu bamawanga, ekyo ye Masiya mumwe, esubi
eryekitibwa: gwetubulira fe, nga tulabula buli 28
muntu, era nga tuigiriza buli muntu mu magezi
gona, tulyoke twanjule buli muntu ngatukiride
mu Masiya; nokufuba kyenfubira era, nga mpa- 29
kana ngokukolakwe bwekuli, okukolera munze
namanyi.

2.

Kubanga njagala mwe okumanya okuwakana 1
bwekuli okunene kwenina kulwamwe nabo abo-
mu Laodikiya, ne bona abatalabanga maso gange
mu mubiri; emitima gyabwe giryoke gisanyusi- 2
bwe, nga bagatibwa wamu mu kwagalana, noku-
tuka ku bugaga bwona obwokumanyira dala
okwamagezi, bategere ekyama kya Katonda, (ye)
Masiya, omuli obugaga bwona obwamagezi no- 3
bwokutegera nga bukwekedwa. Ekyo kyenjogera 4
nti omuntu yena aleme okubalimbalimba mu bi-
gambo ebyokusendasenda. Kubanga newaku- 5
bude nga siriyo mu mubiri, naye mu mwoyo ndi
namwe, nga nsanyuka era nga ndaba empisa za-
mwe enungi, nobunyuwevu obwokukiriza kwa-
mwe mu Masiya.

6 Kale nga bwemwawebwa Masiya Isa Mukama
7 wafe, mutambulirenga bwemutyo muye, nga mulina emizi, era nga muzimbibwa muye, era nga munyuwezebwa okukiriza kwamwe, nga bwemwaigirizibwa, nga musukirira okwebaza.
8 Mwekume tewaberangawo muntu abanyaga mu bufirosofo nebyobulimba ebitalimu, okugoberera ebyaigirizibwa abantu, okugoberera ebyoluberyeberye ebyensi, so okutali kugobe-
9 rera Masiya: kubanga mwoyo mwe mutula okutukirira kwona okwobwakatonda ngomu-
10 biri bweguli, era mwatukiririra muye, gwe mu-
11 twe ogwokufuga nobuinza bwona: era mwakomolerwa mwoyo obukomole obutakomolebwa na mikono, mu kwambula omubiri ogwenyama, mu
12 kukomolebwa kwa Masiya; bwemwazikirwa awamu naye mu kubatizibwa, era kwemwazukiriramu olwokukiriza okukola kwa Katonda, eya-
13 muzukiza mu bafu. Namwe bwemwali nga mufude olwebyonono byamwe nobutakomolebwa obwomubiri gwamwe, yabafula balamu wamu naye, bweyamala okutusonyiwa ebyonono byafe
14 byona; nokusangula endagano eyawandikibwa mu mateka, eyatwolekera, eyali omulabe wafe: nayo nagigyamu wakati (mu kubo), bweyagiko-
15 merera ku musalaba; bweyayambulira dala obwami namasaza, nabiwemukiriza mu lwatu, bweyabiwangulira kugwo.
16 Kale omuntu yena tabanenyanga mu byokulya oba mu byokunywa, oba olwembaga oba
17 olwomwezi oguboneka oba olwa sabiti: ebyo kye kisikirize kyebyo ebigenda okuja; naye omubiri
18 gwe gwa Masiya. Omuntu yena tabanyagangako mpera yamwe mu kwewombeka kwayagala yeka nokusinza bamalaika, nganyuwerera mwebyo

byeyalaba, nga yegulumiririza bwerere mu magezi agomubirigwe, songa takwata mutwe, omuva 19
omubiri gwona, enyingo nebinyuweza nga biguletera era nga bigugata wamu, nga gukula nokukuza kwa Katonda.

Obanga mwafira wamu ne Masiya okuleka 20
ebyoluberyeberye ebyensi, kiki ekibetesa wansi
wamateka, ngabakyali abalamu munsi, nti To- 21
kwatangako, so tolegangako, so tokomangako
[ebyo byona bigwerawo mu kukolebwa] okugobe- 22
rera ebiragiro nokuigiriza ebyabantu? Ebyo bi- 23
rina dala ekifananyi ekyamagezi mu kusinza
(Katonda) abantu kwebagunja boka ne mu kwe-
wombeka ne mu kubonyabonya omubiri; (naye)
tebiriko kyebigasa na katono olwokwegomba
kwomubiri.

3

Kale obanga mwazukirira wamu ne Masiya, 1
munonyenga ebiri wagulu, Masiya gyali ngatude
ku mukono ogwadyo ogwa Katonda. Mulowoze- 2
nga ebiri wagulu, so si ebiri kunsi. Kubanga 3
mwafa, nobulamu bwamwe bukwekedwa wamu
ne Masiya mu Katonda. Masiya, obulamu bwa- 4
fe, bwalirabisibwa, era namwe nemulyoka mula-
bisibwa wamu naye mu kitibwa.

Kale mufise ebitundu byamwe ebiri kunsi; 5
obwenzi, obugwagwa, okwegomba okwensonyi,
omululu omubi, nokuyayana, kwe kusinza ebifa-
nanyi; olwebyo obusungu bwa Katonda buja 6
ku bana abatawulira; era namwe mwebyo mwe- 7
mwatambuliranga eda, bwemwali abalamu mu-
byo. Naye kakano era namwe mugyeyo byona, 8
obusungu, ekiruwi, etima, okuvuma, okunyumya

9 ebyensonyi mu kamwa kamwe: temulimbaganan-
nga mweka na mweka; kubanga mwamweya-
10 mbulako omuntu oweda wamu nebikolwabye, ne-
mwambala omuntu omugya, afulibwa omugya
olwokutegera mu kifananyi kyoyo oyamutonda:
11 awo tewainza kuberawo Muyonani Nomuyudaya,
okukomolwa nobutakomolwa, munagwanga,
Omusikuzi, omudu, owedembe: naye Masiya bye
bintu byona ne mu byona.
12 Kale mwambale, ngabalonde ba Katonda, aba-
tukuvu era abagalwa, omwoyo ogwekisa, obulu-
13 ngi, okwewombeka, obutefu, okugumikiriza; nga
muzibikirizagana, era nga musonyiwagana mwe-
ka na mweka, omuntu yena bwabera nensonga ku
muntu mune; era nga Mukama wafe bweyaba-
14 sonyiwa mwe, era namwe bwemutyo: kwebyo
byona era (mwambale) okwagalana, kye kintu
15 ekinyuweza okutukirira. Era emirembe gya Ka-
tonda giramulenga mu mitima gyamwe, era gye-
mwaitirwa mu mubiri ogumu; era muberenga
16 nokwebaza. Ekigambo kya Masiya kiberenga
mumwe nobugaga mu magezi gona; nga muigi-
rizagana era nga mulabulagana mweka na mweka
mu zabuli nenyimba nebiyiye Ebyomwoyo, nga
mumuimbira Katonda mu kisa mu mitima gya-
17 mwe. Era buli kyemunakolanga, mu kigambo
oba mu kikolwa, (mukolenga) byona mu linya
lya Mukama (wafe) Isa, nga mumwebaza Kato-
nda Kitafe kububwe.
18 Abakazi, muwulirenga babamwe, nga bwekiri
19 ekirungi mu Mukama (wafe). Abasaja, mwaga-
lenga bakazi bamwe, so temubakwatirwanga bu-
20 kambwe. Abana abato, muwulirenga abakade
bamwe mu byona, kubanga ekyo kye kisimibwa
21 mu Mukama (wafe). Bakitabwe, temunyizanga

bana bamwe, baleme okudirira omwoyo. Abadu, 22
muwulirenga bakama bamwe abomumubiri mu
byona, si mu kuwereza okwomumaso ngabasimi-
bwa abantu, wabula mu mutima ogutalina buku-
sa, nga mutya Mukama wafe: buli kyemuna- 23
kolanga mukolenga nomwoyo, nga kubwa' Mu-
kama wafe so si kubwa bantu; nga mumanyi 24
nga mulisasulibwa Mukama (wafe) empera eyo-
busika: muli badu ba Mukama wafe Masiya.
Kubanga ayonona aliwebwa nate nga bweyayo- 25
nona: so siwali kusosola mu bantu. Bakama 4
babwe mugabirenga abadu bamwe ebyobutuki-
rivu nokwenkanyankanya; nga mumanyi nga era
mamwe mulina Mukam. (wamwe) mu gulu.

Munyikirenga mu kusaba, nga mutunula mu 2
kusaba mu kwebaza; nate nga mutusabira nafe, 3
Katonda okutugulirawo olugi olwekigambo,
okwogera ekyama kya Masiya, nokusibibwa kye-
nasibirwa; ndyoke nkyolese, nga bwekingwani- 4
de okwogera. Mutambulirenga mu magezi eri 5
abo abebweru, nga mwegulira ebanga. Ebiga- 6
mbo byamwe biberenga nekisa enaku zona, nga
binoga omunyo, mulyoke mumanye bwekibagwa-
nide okwanukula buli muntu yena.

Tukiko, owoluganda omwagalwa era omuwere- 7
za omwesigwa era mudu munafe mu Mukama
(wafe), alibategeza ebifa gyendi byona: gwe-
ntuma gyemuli olwensonga eno, mulyoke mu- 8
tegere ebifa gyetuli era asanyuse emyoyo gya-
mwe; wamu ne Onesimo, owoluganda omwesigwa 9
omwagalwa, owewamwe. Balibategeza ebifa
wano byona.

Alisitaliko, musibe munange, abalamusiza, ne 10
Ma'ko, mujwa wa Balanaba, [gwemwalagirwa;
bwalija gyemuli, mumwanirizanga], ne Isa aiti- 11

bwa Yusito, abomubakomole: abo boka (be) bakozi banange olwobwakabaka bwa Katonda, abā-
12 li esanyu gyendi. Epafula, owewamwe, omudu wa Masiya Isa abalamusiza, afuba enaku zona kulwamwe mu kusabakwe, mulyoke muimirire (nga muli) batukirivu era nga mutegerera
13 dala mu byona Katonda byayagala. Kubanga ndi mujulirwawe ngalina emirimu mingi kulwamwe, nabomu Laodikiya, nabomu Kierapoli.
14 Luka, omusawo omwagalwa, ne Dema babala-
15 musiza. Mubalamuse aboluganda abomu Laodikiya, ne Nunfa, nekanisa eyomunyumba ya-
16 bwe. Era ebaluwa eno bwemalanga okusomebwa mumwe, era mugisomese ne mu kanisa Eyabalaodikiya; era namwe musome eriva mu Laodikiya.
17 Era mumugambe Alikipo nti Wekume okuwereza kwewawebwa mu Mukama (wafe), okukutukiriza.
18 (Kuno kwe) kulamusa kwange nomukono gwange nze Paulo. Mujukirenga okusibibwa kwange. Ekisa kibere namwe.

EBALUWA EYOLUBERYEBERYE EYA PAULO OMUTUME

ERI

ABASESALONIKA.

1.

PAULO ne Sirwano ne Timoseo eri ekanisa 1
Eyabasesalonika (eri) mu Katonda Kitafe ne Mukama (wafe) Isa Masiya : ekisa kibere gyemuli nemirembe.

Tumwebaza Katonda kulwamwe mwena enaku 2
zona, nga tubogerako mu kusaba kwafe ; nga tu- 3
jukira bulijo omulimu gwamwe ogwokukiriza, nokufuba okwokwagala, nokugumikiriza okwesubi lya Mukama wafe Isa Masiya, mu maso ga Katonda era Kitafe ; nga tumanyi, aboluganda aba- 4
galwa Katonda, okulondebwa kwamwe, kubanga 5
enjiri yafe teyaja gyemuli mu kigambo bugambo, wabula era ne mu manyi, ne mu Mwoyo Omutukuvu, ne mu kutegerera dala okungi ; nga bwemumanyi bwetwali gyemuli kulwamwe. Namwe 6
nemutugoberera fe ne Mukama wafe, bwemwatola ekigambo mu kubonabona okungi, nesanyu Eryomwoyo Omutukuvu ; mwe nokuba nemuba 7
ekyokulabirako eri abakiriza bona mu Makedoni ne mu Akaya. Kubanga gyemuli ye yava edobozi 8
lyekigambo kya Mukama wafe, si mu Makedoni ne mu Akaya yoka, naye mu buli kifo okuki

riza kwamwe eri Katonda kwabuna ; bwetutyo
9 netutabako kigambo kyetwetaga okwogera. Kubanga bo boka babulira ebyafe okuingira kwafe gyemuli bwekwali ; era ne bwemwakyukira Katonda okuleka ebifananyi, okuwereza Katonda
10 omulamu owamazima, nokulindirira Omwanawe okuva mu gulu, gweyazukiza mu bafu, Isa, atulokola mu busungu obugenda okuja.

2.

1 KUBANGA mwe mweka, aboluganda, mumanyi ngokuingira kwafe gyemuli tekwali kwa bwere-
2 re : naye bwetwamala okubonabona nokugirirwa ekyejo mu Firipi, nga bwemumanyi, netugumira mu Katonda wafe okwogera gyemuli enjiri ya
3 Katonda mu kufuba okungi. Kubanga okubulirira kwafe si kwa bulimba, so si kwa bugwagwa,
4 so si mu bukusa : naye nga bwetwasanyizibwa Katonda okuteresebwa enjiri, bwetwogera bwetutyo, si ngabagala okusimibwa abantu, wabula Kato-
5 nda akema emitima gyafe. Kubanga tetuberanga na kigambo ekyokwegonza, nga bwemumanyi, newakubade nensonga eyokukisa okwe-
6 gomba, Katonda ye mujulirwa ; newakubade nga tunonya ekitibwa eri abantu, newakubade eri mwe, newakubade eri abalala, bwetwainza
7 okubazitowerera, ngabatume ba Masiya. Naye twali bawombefu mumwe, ngomulezi bwaja-
8 njaba abanabe ye : bwetutyo bwetwabalumirwa omwoyo, netusima okubagabira, si njiri ya Katonda yoka, era naye nemyoyo gyafe fe, kubanga
9 mwali bagalwa bafe nyo. Kubanga mujukira, aboluganda, okufuba kwafe nokutegana : bwetwakolanga emirimu emisana nekiro, obutazito-

werera muntu yena kumwe, netubabulira enjiri
ya Katonda. Mwe bajulirwa era ne Katonda, 10
bwetwalina obutukuvu nobutukirivu awatali ku-
nenyezebwa eri mwe abakiriza: nga bwemuma- 11
nyi fe bwetwali eri buli muntu kumwe, nga kita-
bwe bwaba eri abanabe, nga tubabulirira era nga
tubagumya emyoyo era nga tutegeza, mulyoke 12
mutambule nga bwekisanira Katonda abaita oku-
ingira mu bwakabakabwe ye nekitibwa.

Nafe kyetuva tumwebaza Katonda obutayosa, 13
kubanga bwemwawebwa fe ekigambo ekyokuwu-
lirwa, kye kya Katonda, temwakitola nga kiga-
mbo kya bantu, naye nga bwekiri amazima, eki-
gambo kya Katonda, nokukola ekikolera mumwe
abakiriza. Kubanga mwe, aboluganda, mwago- 14
berera ekanisa za Katonda eziri mu Buyudaya
mu Masiya Isa: kubanga namwe mwabonyabo-
nyezebwa bwemutyo abegwanga lyamwe mwe,
ngabo (bwebabonyabonyezebwa) Abayudaya;
abata Mukama wafe Isa ne banabi, era abātugo- 15
ba, so tebasimibwa Katonda, era balabe babantu
bona; nga batuziiza okubabulira abamawanga 16
balyoke balokoke; okutukiriza ebibi byabwe
enaku zona: naye obusungu bubatuseko okuma-
lira dala.

Naye fe, aboluganda, bwemwatwawukanako 17
akasera akatono, mu maso si mu mutima, tweyo-
ngera nyo okufuba okubalaba mu maso gamwe
nokubalumirwa enyo omwoyo: kubanga twaya- 18
gala okuja gyemuli, nze Paulo omulundi ogwolu-
beryeberye era nogwokubiri; Setani natuzi-
iza. Kubanga esubi lyafe kiki oba sanyu oba 19
ngule eyokwenyumiriza? Oba si mwe mu maso
ga Mukama wafe Isa mu kujakwe? Kuba- 20
nga mwe kitibwa kyafe nesanyu.

3.

1 Kyetwava tusima okulekebwa enyuma feka
2 mu Asene, bwetutainza kugumikiriza nate; netu-
tuma Timoseo muganda wafe era omuwereza wa
Katonda mu njiri ya Masiya, okubanyuweza no-
3 kubasanyusa olwokukiriza kwamwe; omuntu ye-
na aleme okusagasagana mu kubonabona kuno;
kubanga mweka mumanyi ngekyo kyetwateke-
4 rwawo. Kubanga mazima, bwetwali gyemu-
li, twababulira oluberyeberye nga tugenda
okubonabona; era bwekyali bwekityo era bwe-
5 mumanyi. Nange kyenava ntuma, bwesainza
kugumikiriza nate, ndyoke manye okukiriza
kwamwe, obanga mpozi omukemi oyo yabakema
6 okufuba kwafe nekuba okwobwerere. Naye
Timoseo kakano bweyaja gyetuli ngava gyemuli,
natuletera ebigambo ebirungi ebyokukiriza no-
kwagala kwamwe, era nga mutujukira bulungi
enaku zona, nga mutulumirwa okutulaba, era
7 nga fe (bwetubalumirwa) mwe; kyetwava tusa-
nyusibwa, aboluganda, kulwamwe mu kulaba
enaku nokubonabona kwafe kwona olwokukiriza
8 kwamwe: kubanga kakano tuli balamu, mwe
9 bwemuimirira mu Mukama (wafe). Kubanga
kwebaza ki kwetuinza okumusasula Katonda ku-
lwamwe, olwesanyu lyona lyetusanyuka kulwa-
10 mwe mu maso ga Katonda wafe; emisana nekiro
nga tusaba nyo nyini okubalaba mu maso ga-
mwe, nokutukiriza ebitatuka mu kukiriza kwa-
mwe?
11 Naye Katonda ye nyini era Kitafe, ne Muka-
ma wafe Isa agolole ekubo lyafe okuja gyemuli:
12 namwe Mukama wafe abongereko abasukirize

okwagalana mweka na mweka neri bona, era nga
nafe eri mwe; alyoke anyuweze emitima gyamwe 13
nga tegiriko kunenyezebwa mu butukuvu, mu
maso ga Katonda wafe era Kitafe, mu kuja kwa
Mukama wafe Isa wamu nabatukuvube bona.

4.

Kale, aboluganda, ebisigadeyo, tubegairira 1
tubabulirira mu Mukama (wafe) Isa, nga bwe-
mwawebwa fe bwekibagwanira okutambulanga
nokusimibwa Katonda, era nga bwemutambula, 2
—okweyongerako nate. Kubanga mumanyi ebi-
ragiro bwebiri byetwabalagira kubwa Mukama
wafe Isa. Kubanga ekyo Katonda kyayagala, 3
okutukuzibwa kwamwe, okwewalanga obwenzi;
buli muntu kumwe okumanya okufuga omubiri- 4
gwe ye mu butukuvu nekitibwa, si mu mululu 5
ogwokwegomba, era ngamawanga agatamanyi
Katonda; aleme okuitirira mugandawe newaku- 6
bade okumusobyako mu kigambo ekyo: kuba-
nga Mukama (wafe) awalana egwanga eryebyo
byona, era nga bwetwasoka okubabulira nokute-
gereza dala. Kubanga Katonda teyatuitira bu- 7
gwagwa, wabula mu butukuvu. Kale agana 8
tagana muntu, wabula Katonda, abawa Omwoyo-
gwe Omutukuvu.

Naye okuwandikirwa ku byokwagala aboluga- 9
nda okwo temukwetaga: kubanga mwe mweka
mwaigirizibwa Katonda okwagalananga; kuba- 10
nga nokukola mukola bwemutyo aboluganda bona
abomu Makedoni yona. Naye tubabulirira, abo-
luganda, okweyongera okusukirira; era mwego- 11
mbe okukakananga, nokukola ebyamwe mwe,
nokukola emirimu nemikono gyamwe, nga bwe-

12 twabalagira; mulyoke mutambulire mu mpisa
enungi eri abebweru, nga temuliko kyemwetaga.
13 Naye tetwagala mwe obutategera, aboluganda,
ebyabo abebaka; muleme okunakuwala, era nga-
14 balala abatalina subi. Kubanga bwetukiriza nga
Isa yafa nazukira, era Katonda alireta bwatyo
15 abebaka kubwa Isa wamu naye. Kubanga ekyo
kyetubabulira mu kigambo kya Mukama (wafe),
nga fe abalamu abasigalawo okutusa okuja
16 kwa Mukama wafe tetulibasoka abebaka. Ku-
banga Mukama wafe ye nyini alika okuva mu
gulu nokwogerera wagulu nedobozi lya ma-
laika omukulu nekondere lya Katonda: nabo
17 abafira mu Masiya be balisoka okuzukira: nafe
abalamu abasigalawo netulyoka tutwalibwa
wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama wafe
mu banga: awo bwetutyo tulibera ne Mukama
18 (wafe) enaku zona. Kale musanyusaganenga
mweka na mweka nebigambo bino.

5.

1 Naye ebyentuko nebiro, aboluganda, temwe-
2 taga kubiwandikirwa. Kubanga mweka muma-
nyira dala ngolunaku lwa Mukama (wafe) luja
3 ngomubi ekiro, bwerutyo. Bwebaliba nga bogera
nti Mirembe, siwali kabi, okuzikiriza okwamangu
nekulyoka kubajira, ngokulumwa (bwekujira)
omukazi * ali olubuto; so tebaliwona na
4 katono. Naye mwe, aboluganda, temuli mu
kizikiza, olunaku luli okubasisinkaniriza ngo-
5 mubi: kubanga mwe mwena muli bana ba kuta-
ngala, era muli bana bomusana: tetuli ba kiro
6 newakubade abekizikiza; kale no tuleme okwe-

baka ngabalala, naye tutunulenga tulemenga okutamira. Kubanga abebaka bebaka kiro; nabatamira batamira kiro. Naye fe, kubanga tuli ba musana, tulemenga okutamira, nga twambade ekyomukifuba ekyokukiriza nokwagala, nenkufira, esubi lyobulokovu. Kubanga fe Katonda teyatutekerawo busungu, wabula okuwebwa obulokovu kubwa Mukama wafe Isa Masiya, eyatufirira fe, bwetutunula oba bwetwebaka tulyoke tubere abalamu awamu naye. Kale musanyusagane, era muzimbagane buli muntu mune, era nga bwemukola.

Naye tubegairira, aboluganda, okumanya abafuba okukola emirimu mumwe, ababafuga mu Mukama (wafe), abababulirira; nokubasangamu ekitibwa enyo nyini mu kwagala olwomulimu gwabwe. Mubere nemirembe mumwe. Era tubabulirira, aboluganda, mubanenyenga abatatambula bulungi, mubagumyenga abalina omwoyo omunafu, mubaberenga abatalina manyi, mugumikirizenga eri bona. Mulabe omuntu yena aleme okuwalana ekibi olwekibi; naye enaku zona mugobererenga ekirungi mweka na mweka neri bona. Musanyukenga enaku zona; musabenga obutayosa; mwebazenga mu kigambo kyona kyona: kubanga ekyo Katonda kyayagala mu Masiya Isa gyemuli. Temuzikizanga Mwoyo; temunyomanga bunabi; mugezengako ku bigambo byona; munyuwerezenga dala ekirungi; mwewalenga buli ngeri ya bubi.

Era Katonda owemirembe ye nyini abatukulize dala; era omwoyo gwamwe nobulamu nomubiri byona awamu bikumibwenga awatali kunenyezebwa mu kuja kwa Mukama wafe Isa Masiya. Abaita mwesigwa, nokukola yalikola.

25 Aboluganda, mutusabirenga.
26 Mubalamuse aboluganda bona nokunywegera
27 okutukuvu. Mbalaiza Mukama wafe okusome-
rwa ebaluwa eno aboluganda bona.
28 Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya (kibere)
wamu namwe.

EBALUWA EYOKUBIRI EYA PAULO OMUTUME

ERI

ABASESALONIKA.

1.

PAULO ne Sirwano ne Timoseo eri ekanisa Eya- 1
basesalonika mu Katonda Kitafe ne Mukama
(wafe) Isa Masiya; ekisa (kibere) gyemuli nemi- 2
rembe ebiva eri Katonda Kitafe ne Mukama
(wafe) Isa Masiya.

Kitugwanide okwebazanga Katonda enaku 3
zona kulwamwe, aboluganda, nga bwekisana,
kubanga okukiriza kwamwe kukula nyo, nokwa-
galana kwa buli muntu kumwe mwena mweka
na mweka kweyongera; nafe be nyini nokwe- 4
nyumiriza netwenyumiriza mumwe mu kanisa
za Katonda olwokugumikiriza kwamwe nokuki-
riza mu kuiganyizibwa kwamwe kwona nokubo-
nabona kwemuzibikiriza; (ebyo ke) kabonero 5
komusango gwa Katonda ogwensonga; mulyoke
musanyizibwe obwakabaka bwa Katonda, noku-
bonabona bwemubonabonera: obanga kya nso- 6
nga eri Katonda okubasasula okubonabona aba-
babonyabonya, era namwe ababonyabonyezebwa 7
(okubasasula) okwesima awamu nafe, mu kubi-
kulibwa kwa Mukama wafe Isa okuva mu gulu
awamu ne bamalaika abobuinzabwe, mu muliro 8

ogwaka, ngabawalana egwanga abatamanyi Katonda, nabo abatagondera njiri ya Mukama wafe
9 Isa: abalibonerezebwa, kwe kuzikirira emirembe nemirembe okuva mu maso ga Mukama wafe ne
10 mu kitibwa kyamanyige, bwalija okuwebwa ekitibwa mu batukuvube, nokwewunyizibwa mu bona abakiriza [kubanga okutegeza kwafe gyemuli kwakirizibwa] ku lunaku luli. Kyetuva
11 tubasabira enaku zona, Katonda wafe abasanyize okuitibwa (kwamwe), era atukirize namanyi buli kyemwagala ekyobulungi na (buli) mulimu
12 ogwokukiriza; erinya lya Mukama wafe Isa liryoke liwebwe ekitibwa mumwe, era namwe muye, ngekisa kya Katonda wafe ne Mukama (wafe) Isa Masiya bwekiri.

2.

1 Naye tubegairira, abaluganda, olwokuja kwa Mukama wafe Isa Masiya nolwokukungana kwafe
2 gyali; obutasagasagana mangu mu magezi (gamwe), newakubade okweralikirira newakubade olwomwoyo, newakubade olwekigambo, newakubade olwebaluwa (efanana) ngevude gyetuli,
3 nti olunaku lwa Mukama wafe lutuse; omuntu yena tabalimbanga mu kigambo kyona kyona: kubanga (neda) wabula ngokwawukana kuli nga kulimala kubawo, era omuntu oli owokwonona nga (alimala) okubikulwa, omwana wokuzikirira,
4 aziiza era eyegulumiza okusinga buli kintu ekiitibwa Katonda oba ekisinzibwa, nokutula natula mu yekalu ya Katonda, nga yeraga yeka nti ye
5 Katonda. Temujukira nga, bwenali nga nkyali
6 gyemuli, nababulira ebyo? Era ne kakano eki-

robera mukimanyi, alyoke abikuke mu ntukoze.
Kubanga ne kakano ekyama ekyobujemu wekiri 7
kikola: wabula kyoka aziiza kakano okutusa
lwaligyibwawo. Awo omujemi oli nalyoka abi- 8
kuka, Mukama wafe Isa gwalita nomuka ogwo-
mukamwake, era gwalizikiriza nokulabisibwa
kwokujakwe; (naye) okuja kwoyo kuli mu ku- 9
kola kwa Setani namanyi gona nobubonero ne-
byamagero ebyobulimba, nokukyamya kwona 10
okutali kwa butukirivu eri abo ababula; kubanga
tebakiriza kwagala mazima, balyoke balokoke.
Katonda kyava abasindikira okukyamya okukola, 11
bakirize ebyobulimba: bona balyoke basalirwe 12
omusango abatakiriza mazima naye abasanyukira
obutali butukirivu.

Naye kitugwanide fe okwebazanga Katonda 13
enaku zona kulwamwe, aboluganda abagalwa
Mukama (wafe), kubanga Katonda yabalondera
obulokovu okuva ku luberyeberye mu kutukuzi-
bwa Omwoyo nokukiriza amazima: byeyabaitira 14
nenjiri yafe, olwokufuna ekitibwa kya Mukama
wafe Isa Masiya. Kale no, aboluganda, muimi- 15
rire, era munyuweze byemwawebwa nemuigiri-
zibwa, oba mu kigambo oba mu baluwa yafe.

Naye Mukama wafe Isa Masiya ye nyini, ne 16
Katonda Kitafe, eyatwagala natuwa okusanyusa
okutagwawo nesubi edungi mu kisa, abasanyuse 17
emitima gyamwe aginyuweze mu buli kikolwa
nekigambo ekiiungi.

3.

Ebisigadeyo, aboluganda, mutusabire ekiga- 1
mbo kya Mukama wafe kiwulukuke, kiwebwe

2 ekitibwa, era nga mumwe; era tulokoke eri
abantu abatalina magezi, ababi; kubanga oku-
3 kiriza si kwa bona Naye Mukama wafe
mwesigwa, alibanyuweza, alibakuma eri omubi.
4 Era twesiga Mukama (wafe) mu bigambo bya-
mwe, nga mukola byetulagira era mulibikola.
5 Era Mukama wafe alung'amye emitima gyamwe
okutuka mu kwagala kwa Katonda ne mu kugu-
mikiriza kwa Masiya.

6 Era tubalagira, aboluganda, mu linya lya Mu-
kama wafe Isa Masiya, mweyawule eri buli owo-
luganda atatambula bulungi, newakubade mu
7 mpisa zebawebwa fe. Kubanga mweka muma-
nyi bwekibagwanira okutugoberera: kubanga
8 tetwalema kutambula bulungi mumwe; so tetu-
lyanga mere ya muntu yena ya bwerere, naye
mu kufuba nokukowa twakola emirimu ekiro ne-
9 misana obutazitowerera muntu kumwe: si kuba-
nga tetulina buinza, naye tweweyo gyemuli nge-
10 kyokulabirako mulyoke mutugoberere. Kuba-
nga era bwetwali gyemuli, twabalagira bwetutyo
nti Omuntu yena bwagananga okukola emirimu,
11 nokulya talyanga. Kubanga tuwulira nti eriyo
abamu abatatambula bulungi mumwe nga teba-
kola mirimu gyabwe na katono, wabula egyaba-
12 lala. Abali bwebatyo tubalagira era tubabulirira
mu Mukama (wafe) Isa Masiya, okukola emiri-
mu nobutefu balyoke balye emere yabwe bo.
13 Naye mwe, aboluganda, temukowanga mu kuko-
14 la obulungi. Era omuntu yena bwatagondera-
nga kigambo kyafe mu baluwa eno, oyo mumwe-
tegerezanga, (so) temwegatanga naye, ensonyi
15 ziryoke zimukwate. So temumulowozanga nga
mulabe, naye mumubuliriranga ngowoluganda.
16 Era Mukama wafe owemirembe ye nyini

abawe emirembe enaku zona mu bigambo byona. Mukama wafe (abere) namwe mwena.

(Kuno kwe) kulamusa kwange Paulo nomukono gwange, ke kabonero mu baluwa yona: bwentyo bwempandika. Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya (kibere) namwe mwena. 17 18

EBALUWA YA PAULO OMUTUME EYOLUBERYEBERYE

ERI

TIMOSEO.

1.

1 Paulo, omutume wa Masiya Isa ngokulagi-
ra kwa Katonda Omulokozi wafe bwekuli nokwa
2 Masiya Isa esubi lyafe ; eri Timoseo omwana wa-
nge dala mu kukiriza : ekisa, okusasira, emirembe
(bibe gyemuli) ebiva eri Katonda Kitafe ne
Masiya Isa Mukama wafe.
3 Nga bwenakubulirira okubera mu Efeso, bwe-
nali nga ng'enda Emakedoni, obalagire abamu
4 obutaigirizanga bulala, newakubabe okulowoza
enfumo nebitabo ebyokuzalibwa ebitagwawo,
ebireta empaka ekusinga obuwanika bwa Kato-
nda obuli mu kukiriza ; (bwenkola bwentyo ne
5 kakano). Naye enkomerero yekiragiro kwe
kwagala okuva mu mutima omulongofu nomwoyo
6 omulungi nokukiriza okutalina bukusa : ebyo
abamu babiwunjukamu nebakyamira mu biga-
7 mbo ebitalimu ; nga bagala okuba abaigiriza
bamateka, nga tebategera byebogera newakuba-
8 de byebakakasa. Naye tumanyi ngamateka ma-
lungi, omuntu bwagasoma ngamateka bwegali,
9 ngamanyi ekyo nti amateka tegatekerwawo
muntu mutukirivu, wabula abatali batukirivu

nabajemu, abatatya Katonda nabalina ebibi,
abatali batukuvu nabavola Katonda, aba'ta baki-
tabwe ne banyabwe, aba'si babantu, abenzi, aba- 10
lya ebisiyaga, abanyazi babantu, abalimba, aba-
lairira obwerere, nebirala byona ebiwakana no-
kuigiriza okwobulamu; ngenjiri bweri eyekiti- 11
bwa kya Katonda eyebazibwa gyenateresebwa
nze.

Mwebaza oyo eyampa amanyi, ye Masiya Isa 12
Mukama wafe, kubanga yandowoza nga ndi mwe-
sigwa, bweyanteka mu buwereza, oluberyeberye 13
bwenali omuvumi era omuiganya era owekyejo:
naye nasasirwa kubanga nakola nga simanyi mu
butakiriza; ekisa kya Mukama wafe nekyeyo- 14
ngera nyo wamu nokukiriza nokwagala okuli mu
Masiya Isa. Ekigambo kyesigwa, era ekisanira 15
okukirizibwa kwona nti Masiya Isa yaja munsi
okulokola abalina ebibi; mubo nze woluberye-
berye; naye kyenava nsasirwa Isa Masiya alyoke 16
alabisize munze owoluberyeberye okugumikiri-
zakwe kwona, okubera ekyokulabirako eri abo
abagenda okumukiriza olwobulamu obutagwawo.
Era Kabaka owemirembe (nemirembe), atagwa- 17
wo, atalabika, Katonda omu, (awebwe) etendo
nekitibwa emirembe nemirembe. Amina.

Ekiragiro kino nkuteresa, mwana wange Timo- 18
seo, ngebigambo bya banabi bwebyali byeba-
kwogerako eda, olyoke olwanire mubyo olutalo 19
olulungi, ngonyuweza okukiriza nomwoyo omu-
lungi, abalala gwebasindika eri nebamenyekerwa
okukiriza kwabwe: mwabo ye Kumenayo ne 20
Alegezandero: benawa eri Setani, balyoke baigi-
rizwe obutavuma.

2.

1 Kale okusoka byona mbabulirira okwegairira
nokusaba nokutakabana nokwebaza bikolebwe-
2 nga kulwabantu bona; kulwa bakabaka nabaku-
lu bona; tulyoke tubere nobulamu obuterevu
obwemirembe mu kutya Katonda kwona ne mu
3 kwegendereza. Ekyo kye kirungi, ekikirizibwa
4 mu maso Gomulokozi wafe Katonda, ayagala aba-
antu bona okulokoka, era okutuka mu kutegerera
5 dala amazima. Kubanga waliwo Katonda
omu, era omutabaganya wa Katonda nabantu
6 omu, omuntu Masiya Isa, eyewayo (abe) omuta-
ngo olwa bona; okutegeza (kulibawo) mu ntuko
7 zakwo: nze kwenatekerwa omubulizi era omutu-
me [njogera mazima, sirimba], omuigiriza wama-
wanga mu kukiriza namazima.
8 Kyenva njagala abasaja basabenga mu buli
kifo, nga baimusa emikono emitukuvu, awatali
9 busungu na mpaka. Bwebatyo nabakazi beyo-
njenga mu byambalo ebisana, nokukwatibwa
ensonyi nokwegendereza; si mu kulanga enviri,
ne zabu oba lulu oba engoye ezomuwendo omu-
10 ngi; naye [nga bwekisanira abakazi abeita aba-
11 tya Katonda] nebikolwa ebirungi. Omukazi
aigenga mu bukakamu mu kugonda kwona.
12 Naye omukazi muganyi okuigiriza, newakubade
okufuga omusaja, naye okubera mu bukakamu.
13 Kubanga Adamu ye yasoka okutondebwa, olu-
14 vanyuma Kawa; era Adamu siye yalimbibwa,
naye omukazi oli ye yalimbibwa naba mu kwo-
15 nona: naye alirokoka mu kuzala, bwebanyikira
mu kukiriza nokwagala nobutukuvu awamu no-
kwegendereza.

3.

Kyesigwa ekigambo ekyo nti Omuntu bwaya- 1
galanga obulabirizi, yegomba mulimu mulungi
Kale omulabirizi kimugwanira obutabako kya 2
kunenyezebwa, aberenga musaja wa mukazi omu,
atatamira, mwegendereza, mukwata mpola, aya-
niriza abagenyi, aigiriza; atayombera ku mwe- 3
nge, atakuba; naye omuwombefu, atalwana, ate-
gomba bintu; afuga obulungi enyumbaye ye, 4
agonza abanabe mu kitibwa kyona; [naye omu- 5
ntu bwatamanya kufuga nyumbaye ye, anza
atya okujanjaba ekanisa ya Katonda?] si mukyu- 6
se mugya, aleme okwekulumbaza namala agwa
mu musango gwa Setani. Era nate kimugwa- 7
nira okubera nokutegezebwa okulungi eri abo
abebweru, aleme okugwa mu kuvumibwa ne mu
kyambika kya Setani. Bwebatyo nabawereza 8
(kibagwanira okubera) abalimu ekitibwa, si ba-
nanimibiri, abatanywanga mwenge mungi, si
abegomba ebintu; nga bakuma ekyama ekyo- 9
kukiriza mu mwoyo omulungi. Era nate abo 10
basokenga okukemebwa, balyoke bawereze, nga
tebaliko kya kunenyezebwa. Bwebatyo naba- 11
kazi (kibagwanira okubera) abalimu ekitibwa,
abatawairiza, abatatamira, abesigwa mu byona.
Abawereza baberenga basaja ba mukazi omu, 12
nga bafuga abana (babwe) obulungi nenyumba
zabwe bo. Kubanga abamala okuwereza obulu- 13
ngi befunira obukulu obulungi nobugumu bungi
mu kukiriza okuli mu Masiya Isa.

Nkuwandikide ebyo nga nsubira okuja gyoli 14
mangu; naye bwendwanga olyoke otegere bwe- 15
kigwana okukola mu nyumba ya Katonda, ye

kanisa ya Katonda omulamu, empagi nomukwe-
16 ro ebyamazima. Era awatali kubusabusa ekya-
ma ekyokutya Katonda kye kikulu; oyo eyala-
bisibwa mu mubiri, nawebwa obutukirivu mu
mwoyo, nalabibwa bamalaika, nabulirwa mu
mawanga, nakirizibwa munsi, natwalibwa mu
kitibwa.

4.

1 Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu naku
ezoluvanyuma walibawo abaliva mu kukiriza,
nga bawulira emyoyo egikyamya nokuigiriza
2 kwa basetani, olwobunanfusi bwabalimba, nga
bokebwa emyoyo gyabwe nga nekyuma ekyo-
3 kya, nga bawera okufumbiriganwa, (era nga ba-
lagira) okuleka ebiribwa, Katonda byeyatonda
birirwe mu kwebaza abakiriza nebategerera dala
4 amazima. Kubanga buli kitonde kya Katonda
kirungi, so siwali kya kusula, bwekitolebwa no-
5 kwebaza: kubanga kitukuzibwa na kigambo
kya Katonda nokusaba.
6 Bwonobajukizanga aboluganda ebyo, olilba
muwereza mulungi owa Masiya Isa, ngokulira
mu bigambo ebyokukiriza nebyokuigiriza oku-
lungi kwewagoberera: naye enfumo ezitali za
7 dini ezobusirusiru zoba oleka. Wemanyizenga
8 okutya Katonda: kubanga okwemanyiza kwo-
mubiri kugasa (akasera) katono; naye okutya
Katonda kugasa mu byona, kubanga kulina
okusubiza kwobulamu obwa kakano nobwobuge-
9 nda okuja. Ekigambo ekyo kyesigwa era eki-
10 sanira okukirizibwa kwona. Kubanga kyetuva
tutegana netufuba, kubanga twasubira Katonda
omulamu, Omulokozi wabantu bona, okusinga wa-
11 bakiriza. Lagiranga ebyo obiigirize. Omuntu

yena takunyomanga lwa buvubukabwo; naye 12
bera kya kulabirako eri abo abakiriza mu kwogera, mu kutambula, mu kwagala, mu kukiriza, mu kuba omulongofu. Okutusa lwendija, 13
nyikiranga mu kusoma, nokubulirira, nokuigiriza.
Toleka kirabo ekiri mugwe, kyewawebwa olwo- 14
bunabi awamu nokutekebwako emikono gyabakade. Ebyo obirowozenga, oberenga mwebyo; 15
okuirikirirakwo kulabike eri bona. Wekume- 16
nga weka nokuigirizakwo. Nyikiriranga mwebyo; kubanga bwokola bwotyo, olyerokola weka era nabo abakuwulira.

5.

Tonenyanga mukade, naye omubuliriranga 1
nga kita(wo); abavubuka ngaboluganda: abakazi abakade nga nyoko; abato nga banyoko mu bulongofu bwona Obawenga ekitibwa ba- 3
namwandu ababa banamwandu dala. Naye na- 4
mwandu yena bwaba nabana oba bazukulu, basokenga okuiga okwegendereza eri (abomu) nyumba zabwe, nokubasasula abakade babwe: kubanga ekyo kye kikirizibwa mu maso ga Katonda. Naye abera namwandu dala nalekebwa 5
yeka, asubira Katonda, nanyikira okusaba nokwegairira emisana nekiro. Naye oyo akaba- 6
wala ngafude newakubade ngakyali mulamu.
Era nebyo obalagire, baleme okubako ekyokune- 7
nyezebwa. Naye omuntu yena bwatajanjaba 8
babe, nokusinga abomunyumbaye, nga yeganyi okukiriza, era nga ye mubi okusinga atakiriza
Namwandu yena tawandikibwanga nga tanatu- 9
sa myaka nkaga, eyafumbirwa omusaja omu, asimibwa mu bikolwa ebirungi; obanga yalera 10

abana, obanga yayaniriza abagenyi, obanga ya-
naza abatukuvu ebigere, obanga yabera ababo-
nabona, obanga yagoberera nyo buli kikolwa
11 ekirungi. Naye banamwandu (abakyali) aba-
to obaganenga: kubanga bwebalikabawala eri
12 Masiya, nga bagala okufumbirwa; nga ba'za
omusango kubanga basula okukiriza kwabwe
13 okwoluberyeberye. Era ate baiga (okubera)
abagayavu, nga batambulatambula mu nyu-
mba; naye tebagayala bugayazi, era naye bali-
na olugambo nakajanja, nga bogera ebitasana.
14 Kyenva njagala (abakyali) abato bafumbirwe-
nga, bazale abana, bafuge enyumba, baleme oku-
15 muwa omulabe ebanga waima okuvuma: kuba-
nga waliwo kakano abākyuka okugoberera Setani.
16 Omukazi yena akiriza bwabanga ne banamwa-
ndu, ababerenga, era ekanisa ereme okuzitowe-
rerwa, eryoke ebabere banamwandu dala dala.
17 Abakade abafuga obulungi basanyizibwe oku-
webwa ekitibwa emirundi ebiri, okusinga abafu-
18 ba mu kigambo nokuigiriza. Kubanga ekyawa-
ndikibwa kyogera nti Tosibanga mumwa gwa
nte ewula eng'ano. Era nti Akola emirimu asa-
19 nira emperaye. Tokirizanga kirope ku mukade
20 wabula olwabajulirwa ababiri oba basatu. Abo-
nona obanenyezanga mu maso gabantu bona,
21 era nabalala balyoke batye. Nkulagira mu
maso ga Katonda, ne Masiya Isa, ne bamalaika
abalonde, wekume ebyo awatali kusaliriza, nga
22 tokola kĩgambo olwobuganzi. Toyanguirizanga
kusako mikono ku muntu yena, so tosanga kimu
na bibi byabantu abalala: wekume (okubera)
23 omulongofu. Leka okunywanga ama'zi (goka),
naye onywangako ku mwenge katono olwolubu-
24 tolwo era kubanga olwalalwala. Waliwo aba-

ntu ebibi byabwe biba mu lwatu ; nga bikulembera okugenda mu musango ; era waliwo nabalala bibagoberera nyuma. Era bwebityo 25
wabawo ebikolwa ebirungi ebiba mu lwatu ; era ebitaba bwebityo tebiinza kukisibwa.

6.

Abali mu bufuge abadu balowozenga bakama 1
babwe be nyini nga basanide ekitibwa kyona, erinya lya Katonda nokuigiriza (kwafe) bireme okuvumibwa. Era abalina bakama (babwe) 2
abakiriza tebabanyomanga, kubanga ba luganda ; naye beyongere okubawerezanga, kubanga abasekimu mu kukolwa obulungi bakiriza era bagalwa. Igirizanga ebyo, obibulirirenga.

Omuntu yena bwaigirizanga obulala, songa 3
takiriza bigambo bya bulamu, (bye) bya Mukama wafe Isa Masiya, nokuigiriza okugoberera okutya Katonda ; nga yekulumbaza, nga taliko 4
kyategera, wabula ngalwala mu mpaka nentalo ezebigambo, omuva obugya, okuyomba, okuvuma, okuterera obubi, okukayana kwabantu aba- 5
yononeka amagezi, abagyibwako amazima, nga balowoza ngokutya Katonda kwe kufuna amagoba. Naye okutya Katonda wamu nobutaya- 6
yana ge magoba amangi : kubanga tetwaleta 7
kintu munsi, kubanga era tetuinza kugyamu kintu ; naye bwetuba nemere nebyokwambala, 8
ebyo biritumala. Naye abagala okugagawala 9
bagwa mu kukemebwa ne mu mutego nokwegomba okungi okwobusirusiru okwonona, okunyika abantu mu kubula nokuzikirira. Kubanga 10
okwagala ebintu kye kikolo kyebibi byona : waliwo abantu abayayanira ebyo, nebakyamizibwa

okuva mu kukiriza, nebefumitira dala nenaku enyingi.

11 Naye gwe, omuntu wa Katonda, duka ebyo, ogoberere obutukirivu, okutya Katonda, okukiriza, okwagala, okugumikiriza, obuwombefu
12 Lwana okulwana okulungi okwokukiriza, nyuweza obulamu obutagwawo, bwewaitirwa, noyatula okwatula okulungi mu maso gabajulirwa abangi.
13 Nkulagira mu maso ga Katonda, abiwa byona obulamu, ne Masiya Isa eyategeza okwatula oku-
14 lungi eri Pontio Pirato; wekume ekiragiro awatali bala, awatali kya kunenyezebwa, okutusa ku
15 kulabika kwa Mukama wafe Isa Masiya: kwaliraga mu ntuko zakwo nanyini buinza yeka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama
16 wabami; alina obutafa yeka, atula mu musana ogutasemberekeka; omuntu yena gwatalabangako, so siwali ainza okumulaba: awebwe ekitibwa nobuinza obutagwawo. Amina.
17 Obalagire abagaga abomumirembe gya kakano obutegulumizanga, newakubade okwesiga obugaga obutali bwa luberera, wabula Katonda, atuwa byona olwobugaga tulyoke twesanyuse
18 nebyo; bakole obulungi, babere abagaga mu bikolwa ebirungi, babere bagabi, basenga kimu;
19 nga beterekera ekyokuimako ekirungi olwebiro ebigenda okuja, balyoke banyuweze obulamu dala dala.
20 Ai Timoseo, kuma kyewateresebwa, nga wewala ebigambo ebitalimu ebitali bya Katonda nokulwana kwebigambo ebyokutegera, okuiti-
21 bwa bwekutyo mu bulimba; waliwo abantu abegamba okuba nakwo, nebakyama mu kukiriza.

Ekisa (kibere) namwe.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME EYOKUBIRI

ERI

TIMOSEO.

1.

PAULO, omutume wa Masiya Isa olwokwagala 1
kwa Katonda, ngokusubiza bwekuli okwobulamu
obuli mu Masiya Isa, eri Timoseo, omwana
(wange) omwagalwa: ekisa, okusasira, emirembe 2
ebiva eri Katonda Kitafe ne Masiya Isa Mukama
wafe (bituke gyoli).

Mwebaza Katonda gwempereza okuva ku ba- 3
jaja (bange) mu mwoyo omulungi, bwenkuju-
kira obutayosa mu kusaba kwange emisana ne- 4
kiro nga nkulumirwa okukulaba,. bwenjijukira
amazigago, ndyoke njijule esanyu; bwenaju kizi- 5
bwa okukiriza okutali kwa bukusa okuli mugwe;
okwabera oluberyeberye mu jajawo Loi ne mu
nyoko Eunike, era ntegerede dala nga (kuli) ne
mugwe. Kyenva nkujukiza okusesa ekirabo kya 6
Katonda ekiri mugwe olwokutekebwako emikono
gyange. Kubanga Katonda teyatuwa fe omwo- 7
yo ogwokutya, wabula ogwamanyi era ogwokwa-
gala era ogwokwegendereza. Kale, tokwatirwa- 8
nga nsonyi kutegeza kwa Mukama wafe, newa-
kubade nze omusibewe: naye obonyabonyeze-
bwanga wamu nenjiri ngamanyi ga Katonda
bwegali; eyatulokola natuita okuita okutukuvu, 9

si ngebikolwa byafe bwebiri, wabula okumalirirakwe ye nekisa bwebiri kyetwawerwa mu Masiya Isa emirembe nemirembe nga teginabawo,
10 naye kirabisibwa kakano olwokwolesebwa Womulokozi wafe Masiya Isa, eyagyawo okufa na-
11 mulisa obulamu nobutazikirira olwenjiri, gyenatekerwawo omubulizi nomutume nomuigiriza.
12 Era kyenva mbonabona bwentyo: naye sikwatibwa nsonyi; kubanga manyi gwenakiriza, nentegerera dala ngainza okukuma kyenamuteresa
13 okutusa ku lunaku luli. Nyuweza ekyokulabirako ekyebigambo ebyobulamu byewawulira gyendi, mu kukiriza ne mu kwagala okuli mu
14 Masiya Isa. Ekintu ekirungi kyewateresebwa okikume Nomwoyo Omutukuvu, abera mufe.
15 Kino okimanyi nga bona abali mu Asiya bankuba amabega; kwabo ye Fugero ne Keremo-
16 gene. Mukama wafe asasire enyumba ya Onesifolo: kubanga yampumuza emirundi mingi,
17 so teyakwatirwa nsonyi lujegere lwange, naye bweyali mu Lumi nanyikira oku'nonya noku-
18 laba nandaba [Mukama wafe amuwe okulaba okusasirwa eri Mukama (wafe) ku lunaku luli]; era nokuwereza kwona kweyawereza mu Efeso, gwotegera bulungi nyo.

2.

1 Kale gwe, mwana wange, bera wa manyi mu
2 kisa ekiri mu Masiya Isa. Era byewawulira gyendi mu bajulirwa abangi, ebyo biterese abantu abesigwa, era abalisanira okuigiriza nabalala.
3 Bonabonera wamu (nange) ngomulwanyi omu-
4 lungi owa Masiya Isa. Siwali (mulwanyi) bwatabala eyeingiza mu mitawana egyobulamu

(buno), alyoke asimibwe eyamuwandika okuba omulwanyi. Naye era omuntu bwawakana, tawebwa ngule bwatawakana nga bwekiragirwa. Omulimi akola emirimu kimugwanira okusoka okutwala ku bibala. Lowoza kyenjogede; kubanga Mukama wafe anakuwanga okutegera mu (bigambo) byona. Jukira Isa Masiya, nga yazukira mu bafu, owomuzade lya Daudi, ngenjiri yange bweyogera: gyembonaboneramu okutusa ku kusibibwa, ngakola obubi; naye ekigambo kya Katonda tekisibibwa. Kyenva ngumikiriza byona olwabalonde, era nabo balyoke bafune obulokovu obuli mu Masiya Isa, wamu nekitibwa ekitagwawo. Ekigambo kino kyesigwa nti Kuba obanga twafa naye, era tulibera balamu naye: obanga tugumikiriza, era tulifuga naye: obanga tulimwegana, era naye alitwegana fe: obanga tetukiriza, ye abera mwesigwa; kubanga tainza kwegana yeka.

Ebyo obibajukizanga, ngobakutira mu maso ga Mukama wafe, obutalwana na bigambo ebitagasa, ebikyamya abawulira. Fuba okweraga ngosimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, aisa wakati ekigambo ekyamazima. Naye ebigambo ebitalimu ebitali bya dini obyewalanga: kubanga baliitirira mu butatya Katonda, nekigambo kyabwe kirirya nga kokolo: kwabo ye Kumenayo ne Fireto; kubanga bākyama mu mazima, nga bogera ngokuzukira kwamala okuberawo, era waliwo abantu bebavunikira okukiriza kwabwe. Naye omusingi gwa Katonda omugumu guberawo, nga gulina akabonero kano nti Mukama (wafe) amanyi ababe: era nti Yewalenga obutali butukirivu buli ayatulanga erinya lya Mukama (wafe). Naye mu nyumba

enene temubamu bintu bya zabu na bya feza byoka, naye era nebyemiti nebyebumba; nebirala ebyekitibwa, nebirala ebitali bya kitibwa.
21 Kale omuntu bweyerongosako ebyo, alibera ekintu ekyekitibwa, ekyatukuzibwa, ekisanira omwami okuwereza, ekyalongoserezebwa buli mulimu
22 omulungi. Naye okwegomba okwomubuvubuka okwewalanga, naye ogobereranga obutukirivu, okukiriza, okwagala, emirembe, awamu nabo abamusaba Mukama wafe mu mwoyo omulo-
23 ngofu. Naye empaka ezobusirusiru era ezobutaigirizibwa ozirekanga, ngomanyi nga zizala oku-
24 lwana. Naye omudu wa Mukama (wafe) tekimugwanira kulwana, wabula okubera omu'kakamu
25 eri bona, omuigiriza, omugumikiriza, abulirira nobuwombefu abaziiza, mpozi obanga Katonda alibawa okwenenya olwokutegerera dala amazi-
26 ma, era balitamirukuka okuva mu mutego gwa Setani, oyo ngamaze okubakwasa okukola okwagala kwoli.

3.

1 Naye tegera kino nga mu naku ezoluvanyuma
2 ebiro ebyokulaba enaku birija. Kubanga abantu baliba nga beyagala boka, abagala ebintu, abenyumiriza, abamalala, abavumi, abatagondera
3 babazala, abatebaza, abatali batukuvu, abatayagala ba luganda, abatatabagana, abawairiza, abategendereza, abakambwe, abatayagala bulungi,
4 abenkwe, abakakanyavu, abegulumiza, abagala
5 esanyu okusinga Katonda; nga balina ekifananyi kyokutya Katonda, naye nga begana amanyi
6 gakwo: era nabo obakubanga amabega. Kubanga kwabo be bantu abasensera mu nyumba nebanyaga abakazi abasirusiru abazitowererwa ebi-

bi ebingi, abafugibwa okwegomba okutali kumu, 7
abaiga bulijo, nebatainza enaku zona okutuka ku
kutegerera dala amazima. Era nga Yane ne Ya- 8
mbere bwebamuziiza Musa, ne bano bwebatyo
baziiza amazima; abayononeka amagezi gabwe,
abatasimibwa mu kukiriza. Naye tebalyeyo- 9
ngerako kuitirira: kubanga obusirusiru bwabwe
bulitegererwa dala abantu bona, era ngobwa bali
bwebwali. Naye gwe wagoberera nyo okuigiriza 10
kwange, empisa zange, okutesa kwange, okukiri-
za kwange, okugumikiriza kwange, okwagala
kwange, okulindirira kwange, okuiganyizibwa 11
kwange, okubonabona kwange; ebyamberako
mu Antiokiya, mu Ikonio, mu Lusitera; okui-
ganyizibwa kwenaiganyizibwa bwekwali: era
Mukama wafe yandokola mu byona. Naye era 12
bona abagala okukwata empisa ezokutya Kato-
nda baliiganyizibwa. Naye abantu ababi nabe- 13
tulinkirira balyeyongera okuitirira mu bubi, nga
balimba era nga balimbibwa. Naye gwe bera 14
mwebyo byewaiga notegerera dala, ngomanyi
abakuigiriza bwebali; era ngokuva mu buto wa- 15
manya ebyawandikibwa ebitukuvu ebiinza oku-
kugeziwaza okuingira mu bulokovu olwokukiriza
okuli mu Masiya Isa. Buli ekyawandikibwa 16
kirina okulung'amya kwa Katonda, era kigasa
olwokuigiriza, olwokunenya, olwokutereza, olwo-
kubulira okuli mu butukirivu: omuntu wa Ka- 17
tonda aleme okubulwa kyona kyona, ngalina
dala byona olwa buli mulimu omulungi.

4.

Nkukutira mu maso ga Katonda ne Masiya 1
Isa, alisalira omusango abalamu nabafu, era no-

2 lwokulabikakwe nobwakababakabwe; buliranga
ekigambo; kubirizanga mu banga erisaniramu
neritasaniramu; weranga, nenyanga, buliriranga
3 nokugumikiriza kwona nokuigiriza. Kubanga
ebiro birija bwebatalikiriza kuwulira kuigiriza
kwa bulamu; naye, amatu nga gabasiwa, baliku-
ng'anya abaigiriza ngokwegomba kwabwe bo
4 bwekuli; baliziba amatu okuleka amazima, bali-
5 kyama okugoberera enfumo obufumo. Naye gwe
tamirukuka mu byona, bonabona, kola omulimu
ogwomubulizi wenjiri, tukiriza okuwerezakwo.
6 Kubanga nze kakano nfukibwa, nebiro ebyoku-
7 tebwa kwange bituse. Nwanye okulwana oku-
lungi, olugendo ndutusiza, okukiriza nkukumye:
8 ekisigadeyo, enterekedwa engule eyobutukirivu,
Mukama wafe gyalimpera ku lunaku luli, asala
emisango egyensonga: so si nze nzeka, naye era
ne bona abagala okulabikakwe.
9 Fuba okuja gyendi mangu: kubanga Dema
10 yandeka, ngayagala emirembe egya kakano, na-
genda mu Sesalonika; Kereseke Egalatiya, Tito
11 Edalamatiya. Luka yali awamu nange yeka.
Twala Ma'ko, omulete wamu nawe; kubanga
12 angasa olwokuwereza. Naye Tukiko namutuma
13 mu Efeso. Ekyambalo kyenaleka mu Terowa
ewa Ka'po, bwoliba ngoja, leta, nebitabo, naye,
14 okusinga, biri ebyamaliba. Alegezanda omuwe-
si webikomo yankola obubi bungi: Mukama
15 wafe alimusasula ngebikolwabye bwebyali: oyo
nawe omwekumanga; kubanga yaziiza nyo ebi-
16 gambo byafe. Mu kuwoza kwange okwoluberye-
berye siwali eyambera, naye bona banjabulira
17 (nsaba) baleme okukubalirwa. Naye Mukama
wafe yaimirira kumpi nange, nampa amanyi;
nze ndyoke ntukirize kyembulira, era abamawa-

nga bona balyoke bawulire: nendokoka mu ka-
mwa kempologoma. Mukama wafe anandoko- 18
langa mu buli kikolwa ekibi, era alinkuma oku-
tusa ku bwakabakabwe obwomugulu: awebwe
ekitibwa emirembe nemirembe. Amina.

Lamusa Pirisika ne Akula, nenyumba ya 19
Onesifolo. Erasito yabera mu Kolinso: naye 20
Terofimo namuleka mu Mireto ngalwade. Fuba 21
okuja ebiro byempewo nga tebinatuka. Eubulo
akulamusiza, ne Pudente, ne Lino, ne Kulaudiya,
naboluganda bona.

Mukama wafe (abere) nomwoyogwo. Ekisa 22
(kibere) namwe.

EBALUWA YA PAULO ERI
TITO.

1.

1 Paulo, omudu wa Katonda, era omutume wa
Isa Masiya, ngokukiriza kwabalonde ba Katonda
bwekuli nokutegera amazima agali mu kutya
2 Katonda, mu kusubira obulamu obutagwawo,
Katonda atainza kulimba bweyasubiza ebiro
3 ebyemirembe nemirembe nga tebinabawo; naye
mu ntukoze yalabisa ekigambokye mu kubulira
kwenateresebwa nze ngekiragiro kya Katonda
4 Omulokozi wafe bwekiri; eri Tito, omwana
wange geregere ngokukiriza kwafe fena bwekuli:
ekisa nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne
Masiya Isa Omulokozi wafe (bibere gyoli).
5 Kyenava nkuleka mu Kerete, olyoke olongose
ebyasigalira, era oteke abakade mu buli kibuga,
6 nga nze bwenakulagira; omuntu bwatabangako
musango, ngalina omukazi omu, ngalina abana
abakiriza, abatalopebwa nga balalulalu, so si aba-
7 tagonda. Kubanga omulabirizi kimugwanira
obutabako musango, ngomuwanika wa Kato-
nda; si mukakanyavu, si wa busungu, si ayo-
mbera ku mwenge, si akuba, si eyegomba amago-
8 ba mu bukusa; naye ayaniriza abagenyi, ayagala
obulungi, eyegendereza, mutukirivu, mutukuvu,
9 eyekuma; anyuweza ekigambo ekyesigwa ekiri
ngokuigiriza (kwafe) bwekuli, alyoke ainze oku-

bulirira mu kuigiriza okwobulamu, era nokusinga abayomba naye.

Kubanga eriyo bangi abatagonda, abogera ebi- 10
talimu, abalimba, (era) okusinga ba mu bakomole, abagwanira okuzibibwa emimwa; kubanga abo 11
be bavunika enyumba enamba nga baigiriza ebitabagwanide, olwamagoba agobukusa. Omu 12
kubo, nabi wabwe bo, yagamba nti Abakerete be balimba enaku zona, ensolo embi, embuto engayavu. Okutegeza okwo kwa mazima. Kyo- 13
va obabogoleranga nobukambwe, balyoke babere nobulamu mu kukiriza, baleme okuwulira enfu- 14
mo ezobulimba Ezekiyudaya nebiragiro byabantu abakyuka okuleka amazima. Eri abalongofu 15
byona birongofu: naye abasigibwa obugwagwa nabatakiriza eri abo tewali kirongofu; naye amagezi gabwe era nomwoyo byasigibwa obugwagwa. Bātula nga bamanyi Katonda; naye mu 16
bikolwa byabwe bamwegana, kubanga bagwagwa nabatawulira nabatasimibwa mu buli kikolwa kyona ekirungi.

2.

Naye gwe yogera ebisanira okuigiriza okwo- 1
bulamu: abasaja abakade baberenga si batamivu, 2
nga balimu ekitibwa, nga begendereza nga balina obulamu mu kukiriza, mu kwagala, mu kugumikiriza: nabakazi abakade bwebatyo mu ki- 3
fananyi (kyabwe) nga bewombeka, si abawairiza, so si abafugibwa omwenge omungi, abaigiriza ebirungi; balyoke begenderezese abakazi abato 4
okwagalanga bababwe, okwagalanga abana babwe, okwegenderezanga, okuba nobulongofu, 5
okukolanga emirimu mu nyumba (zabwe), okuba nekisa, okugonderanga bababwe bo, ekigambo

6 kya Katonda kireme okuvumibwa: nabavubuka
7 bwebatyo obabuliriranga okwegendereza: mu
(bigambo) byona nga weraga ngekyokulabirako
ekyebikolwa ebirungi; mu kuigirizakwo (ngola-
8 ga) obugolokofu, okubamu ekitibwa, ebigambo
ebyobulamu ebitanenyezeka; oyo atali kululwo
alyoke akwatibwe ensonyi, nga talina kibi kya
9 kutwogerako. (Bulirira) abadu okugonderanga
bakama babwe bo, okusimibwanga mu byona,
10 obutayombanga; obuta'banga, naye okulaganga
obwesigwa obulungi bwona; balyoke bayonje
okuigiriza Kwomulokozi wafe Katonda mu byona.
11 Kubanga ekisa kya Katonda kirabise, nga kire-
12 tera abantu bona obulokovu, nga kitubulirira
okugana obutatya Katonda nokwegomba okwo-
munsi, tulyoke tubere abalamu mu mirembe egya
kakano mu kwegendereza nobutukirivu nokutya
13 Katonda, nga tulindirira esubi eryomukisa noku-
labika kwekitibwa kya Katonda omukulu era
14 Omulokozi wafe Isa Masiya; eyewayo kulwafe,
alyoke atununule mu bujemu bwona, era yero-
ngoseze egwanga eryenvuma, erinyikirira ebiko-
lwa ebirungi.
15 Yogeranga ebyo, obibulirirenga, onenyenga
nobuinza bwona. Omuntu yena takunyomanga.

3.

1 Obajukizenga okugonderanga abafuga na-
balina obuinza, okuwuliranga, okwetekeratekera
2 buli kikolwa kyona ekirungi, obutavumanga mu-
ntu yena, obutalwananga, okwewombekanga, nga
3 balaga obukakamu bwona eri abantu bona. Ku-
banga era nafe eda twali basirusiru, abatawulira,
abalimbibwa, nga tuwereza okwegomba nebinyu-

mu ebitali bimu, nga tubera mu tima nobugya,
abekyaisa, era nga tukyawagana. Naye obulu- 4
ngi Bwomulokozi wafe Katonda nokwagalakwe
eri abantu bwebyalabika, natulokola, si lwa bi- 5
kolwa ebyomubutukirivu byetwakola fe wabula
olwokusasirakwe, olwokunazibwa okwokuzalibwa
omulundi ogwokubiri nokufulibwa abagya Omwo-
ye Omutukuvu, gweyatufukako olwobugaga, ku- 6
bwa Isa Masiya Omulokozi wafe; nga tumaze 7
okuwebwa obutukirivu olwekisakye oyo, tulyoke
tufuke abasika mu kusubira obulamu obutagwa-
wo. Ekigambo kino kyesigwa, ne ku bino nja- 8
gala gwe okukakasiza dala, abakiriza Katonda
bajukirenga okusako omwoyo ku bikolwa ebiru-
ngi. Ebyo birungi, era bigasa abantu: naye 9
empaka ezobusiru nebitabo ebyokuzalibwa ne-
nyombo nokuwakanira amateka obyewalenga;
kubanga tebiriko kyebigasa so tebirimu. Omu- 10
ntu omukyamu, bwomalanga okumubulirira omu-
lundi ogwoluberyeberye nogwokubiri, omugana-
nga, ngomanya ngali ngoyo akyamizibwa, era 11
ayonona, nga yesalira yeka omusango.

Bwentumanga Atema gyoli oba Tukiko, fuba 12
okuja gyendi mu Nikopoli: kubanga nteseza
okumalira eyo ebiro ebyempewo. Fuba okuba- 13
sibirira Zena owamateka ne Apolo, baleme oku-
bulwa ekintu. Era abafe baige okusangako 14
omwoyo ku bikolwa ebirungi mu bigambo ebye-
tagibwa, baleme obutabala.

Abali nange bona bakulamusiza. Obalamuse 15
abatwagala mu kukiriza.

Ekisa (kibere) namwe mwena.

EBALUWA YA PAULO ERI

FIREMONI.

1 Paulo, omusibe wa Masiya Isa ne Timoseo
owoluganda, eri Firemoni omwagalwa era mu-
2 kozi munafe, ne Apofiya owoluganda ne Alikipo
mulwanyi munafe, nekanisa eri mu nyumbayo:
3 ekisa nemirembe ebiva eri Katonda Kitafe ne
Mukama (wafe) Isa Masiya (bibere) gyemuli.
4 Nebaza Katonda wange enaku zona, nga
5 nkwogerako mu kusaba kwange, bwenawulira
okwagalakwo nokukiriza kwolina eri Mukama
6 wafe Isa neri abatukuvu bona; okusekimu
okwokukirizakwo kulyoke kukole omulimu, mu
kutegerera dala buli (kigambo) ekirungi ekiri
7 mumwe, olwa Masiya. Kubanga najaguza nyo
nensanyuka olwokwagalakwo, kubanga emyoyo
gyabatukuvu wagiwumuza, owoluganda.
8 Kale, newakubade nga nina obuvumu bwona
9 mu Masiya okukulagira ekisana, naye olwokwa-
gala nkwegairira bwegairizi, kuba nfanana nga
(bwendi), Paulo omukade, era kakano omusibe
10 wa Masiya Isa: nkwegairira olwomwana wange,
11 gwenazalira mu busibe bwange, Onesimo. ata-
kugasanga eda, naye kakano atugasa gwe na-
12 nge: gwenkomya gyoli ye nyini, ye gwe mwoyo
13 gwange: nze gwembade njagala okubera naye
gyendi, alyoke ampereze mu kifokyo mu busibe
14 bwenjiri: naye sayagala kukola kigambo nga

toteseza, obulungibwo buleme okubera mu kuwalirizibwa, wabula mu kwagala. Kubanga mpozi kyeyava ayawukana (nawe) ekisera, olyoke obere naye emirembe nemirembe; nga takyali mudu nate, naye okusinga omudu, owoluganda omwagalwa, okusinga enyo enyo gyendi, naye okusinga nga kiki gyoli mu mubiri era ne mu Mukama (wafe). Kale obanga ondowoza nze okubera muno, musembeze oyo nga nze. Naye obanga yakwonona oba abanjibwa, mbalira nze ekyo; nze Paulo mpandise nomukono gwange, nze ndisasula: neme okukugamba nga nkubanja era nawe weka nate. Kale, owoluganda, onsanyuse mu Mukama (wafe): owumuze omwoyo gwange mu Masiya. Nkuwandikide nga nesiga obugonvubwo, nga manyi ngolikola era okusinga byenjogera. Naye era nate onongosereze awokusula: kubanga nsubira olwokusaba kwamwe muliwebwa (okundaba).

Epafula musibe munange mu Masiya Isa, akulamusiza; (ne) Ma'ko, Alisitaliko, Dema, Luka, bakozi banange.

Ekisa kya Mukama wafe Isa Masiya (kibere) nomwoyo gwamwe. Amina.

EBALUWA YA PAULO OMUTUME

ERI

ABEBERANIYA.

1.

1 Katonda eda bweyayogerera mu bitundu ebi-
ngi ne mu ngeri enyingi eri bajaja (bafe) mu ba-
2 nabi, mu naku zino ezoluvanyuma yayogerera
nafe mu Mwana, gweyasawo okuba omusika wa
3 byona, era gweyatonza ebintu byona ; oyo bwali
okumasamasa kwekitibwakye nekifananyikye
dala bwali, era bwasitula ebintu byona nekiga-
mbo ekyobuinzabwe, bweyamala okukola ekyo-
kunaza ebibi, natula ku mukono ogwadyo ogwo-
4 bukulu wagulu ; ngasinga obulungi bamalaika
5 bwati nga bweyasikira erinya eribakira bo. Ku-
banga ani ku bamalaika gweyali abulideko nti

Gwoli Mwana wange,
Lero nkuzade gwe ?

era nate nti

Nze ndibera Kitawe gyali,
Naye alibera Mwana gyendi ?

6 Era nate bwaleta omuberyeberye munsi, ayogera
nti Era bamalaika ba Katonda bona bamusinze.
7 Era ayogera ku bamalaika nti

Afula bamalaikabe empewo,
Nabawerezabe enimi zomuliro :

8 naye ku Mwana (ayogera) nti

Entebeyo, Katonda, ya luberera emirembe nemirembe;
Nomugo ogwobugolokofu gwe mugo ogwobwakabakabwo.
Wayagala obutukirivu, nokyawa obujemu;
Katonda, Katondawo, kyavude akufukako
Amafuta agokusanyuka okusinga ba'no.
Era nti
Gwe, Mukama, ku luberyeberye wasawo emisingi gyensi,
Negulu mulimu gwa mikonogyo:
Ebyo birigwawo; naye gwoli wa luberera:
Nebyo byona birikadiwa ngekyambalo;
Era olibizinga ngesuka,
Ngekyambalo, nebiwanyisibwa:
Naye gwe oba bumu,
Nemyakagyo tegirigwawo.
Naye ku malaika ki gweyali ayogedeko nti
Tula ku mukono gwange ogwadyo,
Okutusa lwendifula abalabebo entebe yebigerebyo?
Bona sigye myoyo egiwereza, nga gitumibwa okuwereza olwabo abagenda okusikira obulokozi?

2.

Kyekivude kitugwanira okusinga enyo okulowoleza dala ebyawulirwa, wozi tuleme okutwalibwa (okubireka). Kuba obanga ekigambo ekyayogerwa bamalaika kyanyuwera, na buli kyonono nobutawulira byawebwa empera eyensonga; fe tuliwona tutya bwetulireka obulokozi obukulu obwenkana awo? obwo obwasoka okwogerwa Mukama wafe, nebulyoka butegezebwa dala ababuwulira gyetuli; era Katonda ngategereza

wamu nabo mu bubonero ne mu byamagero era ne mu byamanyi ebitali bimu era ne mu birabo Ebyomwoyo Omutukuvu, nga bweyayagala yeka.

5 Kubanga bamalaika si beyafuza ensi egenda
6 okubawo, gyetwogerako. Naye waliwo ekifo omu weyategereza, ngayogera nti

Omuntu kiki, gwe okumujukira?
Oba omwana womuntu, gwe okumujira?

7 Wamukola okubulako akatono okuba nga bamalaika;
Wamusako engule eyekitibwa netendo,
Nomufuza emirimu egyemikonogyo:
8 Wateka ebintu byona wansi webigerebye.

Kubanga mu kuteka ebintu byona wansiwe teyagyako kintu obutakiteka wansiwe. Naye kakano tetunalaba bintu byona nga bitekedwa wa-
9 nsiwe. Naye tutunulira oyo eyakolebwa okubulako akatono okuba nga bamalaika, ye Isa, olwokubonabona okwokufa ngasibwako engule eyekitibwa netendo, olwekisa kya Katonda alyoke ale-
10 ge ku kufa kulwa buli muntu. Kubanga kyamusanira oyo ebintu byona bwebiri kububwe era eyabikozesa byona, ngaleta abana abangi mu kitibwa, okutukiriza omukulu wobulokozi bwabwe
11 olwebibonobono. Kubanga oyo atukuza era nabo abatukuzibwa bomu bona: kyava alema
12 okukwatibwa ensonyi okubaita aboluganda, ngayogera nti

Ndibulira baganda bange erinyalyo,
Ndikuimba wakati mu kung'aniro.

13 Era nate nti Nze ndimwesiga oyo. Era nate nti
14 Laba nze nabana Katonda beyampa. Kale kubanga abana bagata omusai nomubiri, era naye ye nyini bwatyo yagata ebyo; olwokufa alyoke

azikirize oyo eyalina amanyi agokufa, ye Setani ;
era alyoke abawe edembe abo bona abali mu budu 15
obulamu bwabwe bwona olwentisa yokufa. Ku- 16
banga mazima bamalaika si babera, naye abera
zade lya Ibulaimu. Kyekyava kimugwanira mu 17
byona okufananyizibwa bagandabe, alyoke abere
kabona omukulu owekisa omwesigwa mu bigambo
ebiri eri Katonda, olwokutangirira ebibi byaba-
ntu. Kubanga olwokubonyabonyezebwa ye ye 18
nyini ngakemebwa, kyava ainza okubabera abo
abakemebwa.

3.

Kale, abaluganda abatukuvu, abasekimu oku- 1
itibwa okwomugulu, mulowoze Omutume era Ka-
bona Omukulu (owedini) gyetwatula, Isa ; eyali 2
omwesigwa eri oyo eyamulonda, era nga Musa
bweyali (omwesigwa) mu nyumbaye yona. Ku- 3
banga oyo asanyizibwa ekitibwa ekingi okusinga
Musa, ngazimba enyumba bwabera netendo eri-
ngi okusinga enyumba. Kubanga buli nyumba 4
wabawo agizimba ; naye eyazimba byona ye Ka-
tonda. Ne Musa yali mwesigwa ye mu nyumba- 5
ye yona ngomudu olwokutegeza ebyali bigenda
okwogerwa ; naye Masiya (yali mwesigwa) ye 6
ngomwana ku nyumbaye ; nafe tuli nyumba
yoyo, obanga tulikwatira dala obuvumu bwafe
nokwenyumiriza okwokusubira kwafe nga binyu-
wede okutusa enkomerero. Kale, nga Omwo- 7
yo Omutukuvu bwayogera nti

Lero bwemunawulira edobozirye,
Temukakanyaza mitima gyamwe, nga mu ku- 8
sunguwazibwa,
Nga ku lunaku olwokukemerwa mu lukola,
Bajaja bamwe kwebankema, nga bangeza, 9

Nebalaba ebikolwa byange emyaka amakumi ana.

10 Kyenava nyigira emirembe egyo,
Nenjogera nti Bakyama bulijo mu mutima gwabwe:
Naye abo tebātegera makubo gange;
11 Nga bwenalaira mu busungu bwange,
Nti Tebaliingira mu kiwumulo kyange.

12 Mwekume, aboluganda, wozi omutima omubi ogwobutakiriza guleme okuba mu muntu yena
13 kumwe, mu kuva ku Katonda omulamu: naye mubuliraganenga bulijo bulijo, okutusa ekisera nga kikyaliwo ekiitibwa ekya lero; omuntu yena kumwe aleme okukakanyazibwa nobulimba bwe-
14 kibi: kubanga twafuka abasekimu Masiya, obanga tulikwatira dala okusubira kwafe okusose
15 nga kunyuwede okutusa enkomerero: nga bwekikyayogerwa nti

Lero bwemunawulira edobozirye,
Temukakanyaza mitima gyamwe, nga mu kusunguwazibwa.

16 Kubanga bani bwebawulira abasunguwaza? naye
17 si bona abava mu Misiri kubwa Musa? Era bani beyanyigira emyaka amakumi ana? si abo abayonona, nemirambo gyabwe negigwa mu
18 lukola? Era bani beyalairira obutaingira mu
19 kiwumulokye, wabula abo abatagonda? Era tulaba nga tebainza kuingira olwobutakiriza.

4.

1 Kale tutye, okusubiza okwokuingira mu kiwumulokye bwekutulekedwa, mpozi omuntu ye-
2 na kumwe aleme okulabika nga takutuseko. Kubanga nafe twabulirwa enjiri, era nga bo: naye

ekigambo ekyokuwulira tekyabagasa bo. kubanga
tebagatibwa mu kukiriza wamu nabo abawulira.
Kubanga fe abamala okukiriza tuingira mu ki- 3
wumulo ekyo ; nga bweyayogera nti

Nga bwenalaira mu busungu bwange,

Nti Tebaliingira mu kiwumulo kyange :

newakubade ngemirimu gyagwa okuva ku kuto-
ndebwa kwensi. Kubanga waliwo wayogerera 4
ku lunaku olwomusanvu bwati, nti Katonda
nawumulira ku lunaku olwomusanvu mu miri-
mugye gyona ; era nate ne mu kino nti 5

Tebaliingira mu kiwumulo kyange.

Kale kubanga kisigadeyo abalala okukiingiramu, 6
nabo abasoka okubulirwa enjiri nebataingira
olwobutagonda, nate ayawula olunaku gundi, 7
ngayogerera mu Daudi oluvanyuma lwebiro
ebingi bwebiti, nti Lero, nga bwekyogedwa olu-
beryeberye,

Lero bwemunawulira edobozirye,

Temukakanyaza mitima gyamwe.

Kuba singa Yosuwa yabawumuza, teyandyogede 8
ku lunaku olulala oluvanyuma lwebyo. Kale 9
wasigadeyo ekiwumulo kya sabiti eri abantu
ba Katonda. Kubanga aingide mu kiwu- 10
mulokye, era naye ngawumude mu mirimugye,
nga Katonda (bweyawumula) mu gigye. Kale 11
tufube okuingira mu kiwumulo ekyo omuntu
yena aleme okugwa mu ngeri eyo eyobutagonda.
Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era 12
kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyona
ekyobwogi obubiri, era kiitamu nokwawula ne-
kyawula obulamu nomwoyo, enyingo nobuso-
myo, era kyangu okwawula okulowoza nokufu-
mitiriza okwomumutima. So siwali kitonde eki- 13
talabika mu masoge : naye ebintu byona byeru-

lidwa era bibikulidwa mu maso goyo gwetuletera ebigambo byafe.

14 Kale bwetulina kabona omukulu omunene, eyaita mu gulu, Isa Omwana wa Katonda, tu-
15 nyuweze okwatula kwafe. Kubanga tetulina kabona mukulu atainza kulumirwa wamu (nafe) bunafu bwafe; naye eyakemebwa mu byona
16 bumu, awatali kibi. Kale tusembere nobuvumu eri entebe eyekisa, tulyoke tuwebwe okusasirwa, era tufune ekisa olwokuberwa bwetukwetaga.

5.

1 Kubanga buli kabona omukulu, bwagyibwa mu bantu, atekebwawo kubwabantu mu bigambo ebiri eri Katonda alyoke awengayo ebirabo era
2 nesadaka olwebibi: ainza okukwata empola abatamanyi nabakyamye, kubanga era naye ye
3 nyini yetolodwa obunafu; era olwobwo kimugwanira nga kulwabantu, era bwekityo kululwe
4 ye nyini okuwangayo olwebibi. So omuntu yena teyetwalira yeka kitibwa ekyo, wabula
5 ngaitidwa Katonda, era nga Aloni. Era bwatyo Masiya teyegulumiza yeka okufuka kabona omukulu, wabula oyo eyamugamba nti

Gwoli Mwana wange,
Lero nkuzade gwe:

6 era nga bwayogera awalala nti

Gwoli kabona emirembe gyona ngengeri ya Merekizedeka bweri.

7 Oyo mu naku (zeyabereramu) mu mubirigwe, bweyawayo okwegairira nokusaba eri oyo eyainza okumulokola mu kufa nokukaba enyo namaziga, era bweyawulirwa olwokutyakwe Kato-
8 nda, newakubade nga Mwana, naye yaiga oku-

gonda olwebyo byeyabonabona; awo bweyamala 9
okutukirizibwa, nafuka ensonga yobulokozi obu-
tagwawo eri abo bona abamuwulira; Katonda 10
gweyaita kabona omukulu ngengeri ya Mereki-
zedeka bweri.

Gwetulinako ebigambo ebingi okwogera era 11
ebizibu okutegeza, kubanga mufuse bagavu ba-
matu. Kubanga bwekibagwanira okubera abai- 12
giriza olwebiro (ebyaita), mwetaga nate omuntu
okubaigiriza ebisokerwako ebyoluberyeberye
ebyebigambo bya Katonda; era mufuse abetaga
amata, so si mere nkalubo. Kubanga buli 13
anywa amata nga tanamanya kigambo kya bu-
tukirivu; kubanga mwana muto. Naye emere 14
enkalubo ya bakulu, abalina amagezi agaigirizi-
bwa olwokugakoza okwawula obulungi nobubi.

6.

Kale tuleke (okwogera ku) bigambo ebyolu- 1
beryeberye ebya Masiya, tuitirire okutuka mu
bukulu; obutatekawo mulundi gwa kubiri musi-
ngi, kwe kwenenya ebikolwa ebifu, nokukiriza
eri Katonda, okuigiriza okwokubatiza, nokuteka- 2
ko emikono, nokuzukira kwabafu, nomusango
ogutagwawo. Era bwetunakola bwetutyo Kato- 3
nda bwanayagala. Kubanga abo abamala okwa- 4
kirwa, nebalega ku kirabo ekyomugulu, nebafu-
ka abasekimu Omwoyo Omutukuvu, nebalega 5
ku kigambo ekirungi ekya Katonda ne ku manyi
agemirembe egigenda okuja, nebagwa okubiva- 6
mu, tekiinzika bo okuba'za obugya olwokwene-
nya; nga bekomererera boka omulundi ogwoku-
biri Omwana wa Katonda, nebamukwasa enso-
nyi mu lwatu. Kubanga ensi enywa enkuba 7

egitonyako emirundi emingi, nebala enva ezibasanira abo berimirwa, efuna omugabo gwomu-
8 kisa eri Katonda: naye bwebala amagwa ne sere, tesimibwa era eri kumpi nokukolimirwa; enkomerero yayo kwokebwa.
9 Naye, abagalwa, twetegere'za kumwe ebigambo ebisinga (ebyo) obulungi era ebiri okumpi nobulokozi, newakubade nga twogede bwetutyo:
10 kubanga Katonda si atali mutukirivu okwerabira omulimu gwamwe nokwagala kwemwalaga eri erinyalye, bwemwawereza abatukuvu, era mu-
11 kyawereza. Era twagala nyo buli muntu kumwe okulaga obunyikivu obwo olwokwetegerereza dala esubi eryo okutusa ku nkomerero:
12 muleme okubera abagayavu, naye abagoberera abo olwokukiriza nokugumikiriza abasikira ebyasubizibwa.
13 Kubanga, Katonda bweyamusubiza Ibulaimu, bwewatali gwainza okulaira amusinga obukulu,
14 neyeraira yeka ngayogera nti Mazima okuwa omukisa ndikuwa omukisa, nokwaza ndikwaza.
15 Bwatyo bweyamala okugumikiriza nawebwa
16 ekyasubizibwa. Kubanga abantu balaira asinga obukulu: ne mu mpaka zabwe zona ekirairo
17 kye kisalawo okukakasa. Katonda kyeyava ateka wakati ekirairo, ngayagala okuboleseza dala enyo abasika abekyasubizibwa okutesakwe
18 bwekutajulukuka: olwebigambo ebibiri ebitajulukuka, Katonda byatainza kulimbiramu, tulyoke tũbere nekitugumya ekinyuwevu fe abadukanira okunyuweza esubi eryatekebwa mu
19 maso gafe; lyetulina ngesika eryobulamu, (esubi) eritabusibwabusibwa era erinyuwevu,
20 era eriingira munda wegigi; Isa mweyaingira omukulembeze kulwafe, bweyafuka kabona omu-

kulu emirembe gyona ngengeri ya Merekizedeka bweri.

7.

KUBANGA Merekizedeka oyo, kabaka Wesalemi, kabona wa Katonda ali wagulu enyo, eyasisinkana Ibulaimu ngakomawo ngava okuta bakabaka, namusabira omukisa, era Ibulaimu gweyagabira ekitundu ekyekumi ekya byona [ekyoluberyeberye, mu kutegezebwa, kabaka wa butukirivu, era ekyokubiri, kabaka Wesalemi, ye kabaka owemirembe; atalina kitawe, atalina nyina, atalina bajajabe, atalina lunaku lweyasokerako newakubade enkomerero yobulamu, naye eyafananyizibwa Omwana wa Katonda], abera kabona owoluberera enaku zona.

Kale mulowoze omuntu oyo bweyali omukulu, Ibulaimu jaja omukulu gweyawa ekitundu ekyekumi ku munyago ogwokwebonanya. Nabo abomubana ba Levi abawebwa obwakabona amateka gabalagira okusoloza ebitundu ebyekumi mu bantu, be baganda babwe, newakabade ngabo bava mu ntumbwe za Ibulaimu: naye oyo, atabalibwa mu kika kyabwe, yamusoloza Ibulaimu namusabira omukisa nanyini byasubizibwa. Naye, tekyeganika na katono, omuto yasabirwa omukulu omukisa. Era mwekyo abawebwa ebitundu ebyekumi be bantu abafa; naye mu kiri (abiwebwa) yoyo ategezebwa nga mulamu. Era, okwogera bwekuti, ne Levi, awebwa omusolo, yaguwerayo mu Ibulaimu; kubanga yali akyali mu ntumbwe za jajawe, Merekizedeka bweyamusisinkana.

Kale okutukirira singa kwaliwo lwa bwakabona Obwekirevi [kubanga abantu bawebwa

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11

amateka mu biro byabwo], kiki ekyetaza nate
kabona owokubiri okuimuka mu ngeri ya Mere-
12 kizedeka, natabalirwa mu ngeri ya Aloni? Ku-
banga obwakabona bwebuwanyisibwa, era nama-
13 teka tegalema kuwanyisibwa. Kubanga oyo
eyayogerwako ebigambo ebyo wa kika kirala
omutavanga muntu yena eyali awere'za` ku
14 kyoto. Kubanga kitegerekese nga Mukama
wafe yava mu Yuda; ekika Musa kyatayoge-
15 rako bigambo bya bakabona. (Nebyo) byeyo-
ngera nyo okutegerekeka, obanga waimuka ka-
bona owokubiri ngekifananyi kya Merekizedeka
16 bwekiri, atalondebwa ngamateka bwegali aga-
limu ekiragiro kyomubiri, wabula ngamanyi bwe-
17 gali agobulamu obutakutuka: kubanga ategeze-
bwa nti

Oli kabona okutusa emirembe gyona
Ngengeri ya Merekizedeka bweri.

18 Kubanga ekiragiro ekyasoka kijulukuka olwo-
19 bunafu nobutagasa bwakyo [kubanga amateka
tegaliko kyegātukiriza], esuli erisinga obulungi
20 neriingizibwa, eritusembezesa eri Katonda. Era
21 bwewatabula kulaira kirairo [kubanga bo bafuli-
bwa bakabona awatali kirairo; naye oyo awamu
nekirairo (yafulibwa) oyo amwogerako nti

Mukama yalaira, era talyejusa, nti
Oli kabona okutusa emirembe gyona];

22 era ne Isa bweyafuka bwatyo omuima wendaga-
23 no esinga obulungi. Nabo bafulibwa bakabona
bangi, kubanga okufa kwabalobera okuberera:
24 naye oyo, kubanga aberera okutusa emirembe
25 gyona, alina obwakabona obutavawo. Era
kyava ainza okubalokolera dala abaja eri Kato-
nda kububwe, kubanga abera mulamu enaku
zona okubawolereza.

Kubanga kabona omukulu afanana bwatyo 26
ye yatusanira, omutukuvu, ataliko kabi, ataliko
bala, eyayawulibwa eri abo abalina ebibi, era
eyagulumizibwa okukira egulu; atawalirizibwa, 27
nga bakabona abakulu bali, okuwangayo sadaka
buli lunaku, okusoka olwebibibye ye nyini, olu-
vanyuma olwebyo ebyabantu: kubanga okwo
yakukolera dala omulundi gumu, bweyewayo
ye nyini. Kubanga amateka galonda abantu 28
okuba bakabona abakulu, abalina obunafu; naye
ekigambo ekyekirairo, ekyadirira amateka, (kya-
londa) Omwana, eyatukirizibwa okutusa emire-
mbe gyona.

8.

Kale mu bigambo byetwogede kino kye kiko- 1
lo: tulina kabona omukulu afanana bwatyo,
eyatula ku mukono ogwadyo ogwentebe eyo-
bukulu obwomugulu, omuwereza webitukuvu, 2
era owewema eyamazima, Mukama gyeyasimba,
si muntu. Kubanga buli kabona omukulu 3
alondebwa olwomulimu ogwokuwayo ebirabo era
nesadaka: kyekiva kimugwanira noyo okubera
nekintu ekyokuwayo. Kale singa yali kunsi, 4
teyandibade kabona na katono, nga waliwo aba-
wayo ebirabo ngamateka bwegali; abawereza 5
ebyekifananyi nekisikirize ekyebyo ebyomugulu,
nga Musa bweyabulirwa (Katonda), bweyali nga-
genda okukola ewema: kubanga ayogera nti
Tolemanga kukola byona ngekyokulabirako bwe-
kiri kyewalagibwa ku lusozi. Naye kakano awe- 6
redwa okuwereza okusinga okuwoma, era nga
bwali omubaka wendagano esinga obulungi, ku-
banga yalaganyizibwa olwebyasubizibwa ebisinga
obulungi. Kuba (endagano) eri eyoluberyebe- 7

rye singa teyaliko kya kunenyezebwa, tewandino-
8 nyezebwa banga eri eyo eyokubiri. Kubanga bwabanenya ayogera nti
Laba, enaku zija, bwayogera Mukama,
Bwendiragana endagano empya nenyumba ya Isiraeri era nenyumba ya Yuda ;
9 Si ngendagano gyenalagana ne bajaja babwe
Ku lunaku lwenabakwata ku mukono okubagya munsi Yemisiri ;
Kubanga abo tebanyuwerera mu ndagano yange,
Nange nembaleka obutabalaba, bwayogera Mukama.
10 Kubanga eno ye ndagano gyendiragana nenyumba ya Isiraeri
Oluvanyuma lwenaku ziri, bwayogera Mukama ;
Nditeka amateka gange mu magezi gabwe,
Era ne ku mutima gwabwe ndigawandika :
Nange ndibera Katonda gyebali,
Nabo balibera bantu gyendi :
11 So buli muntu tebaliigiriza mune,
Na buli muntu mugandawe, ngayogera nti Manya Mukama :
Kubanga bona bali'manya,
Okuva ku muto okutuka ku mukulu mubo.
12 Kubanga ndisasira obutali butukirivu bwabwe,
Nebibi byabwe siribijukira nate.
13 Bwayogera nti (Endagano) empya, eyoluberyeberye agikadiiza. Naye ekikulu era ekikadiwa kiri kumpi nokugwawo.

9.

1 Era (nendagano) eyoluberyeberye yalina (empisa) ezalagirwa ezokusinza (Katonda), nekifo

ekitukuvu, ekyomunsi. Kubanga ewema yako- 2
lwa, eyoluberyeberye eyalimu ekikondo kyeta-
baza nemeza nemigati egyokulaga; awaitibwa
awatukuvu. Era enyuma wegigi eryokubiri 3
(yaliyo) ewema eyaitibwa entukuvu enyo; eya- 4
limu ekyoterezo ekya zabu, nesanduke eyenda-
gano eyabikibwa zabu enjuwi zona, eyalimu eki-
bya ekya zabu omwali emanu, nomugo gwa
Aloni ogwaloka, nebipande ebyendagano; ne 5
kungulu kuyo bakerubi abekitibwa nga basiki-
riza entebe eyokusasira; byetutainza kwogera-
ko kakano kina kimu. Naye ebyo bwebyakole- 6
bwa bwebityo, bakabona baingira mu wema eyo-
luberyeberye obutayosa, nga batukiriza emirimu
egyokuwereza; naye mweri eyokubiri (aingi- 7
ramu) kabona omukulu yeka, omulundi gumu
buli mwaka, si awatali musai, gwawayo kululwe
ye nolwobutamanya bwa bantu: Omwoyo Omu- 8
tukuvu ngategeza kino, ngekubo eritwala mu
kifo ekitukuvu terinalabisibwa, ngewema eyolube-
ryeberye ekyaimiridewo; eyo kye kifananyi 9
olwebiro ebiriwo; ekirimu ebirabo era nesadaka
ebiwebwayo ebitainza kumutukiriza oyo awereza
mu bigambo byomwoyo, kubanga ze mpisa ezala- 10
girwa ezomubiri obubiri [era awamu nezokulya
nezokunywa nezokunaba okutali kumu] ezatekebwawo okutusa ku biro ebyokulongosezamu obugya.

Naye Masiya bweyaja kabona omukulu owe- 11
bigambo ebirungi ebigenda okuja, naita mu wema
esinga obukulu nokutukirira, etakolebwa na mi-
kono, amakulu, etali ya munsi muno, so si lwa 12
musai gwa mbuzi nenyana, naye lwa musaigwe
ye, naingirira dala omulundi gumu mu watukuvu,
bweyamala okufuna okununula okutagwawo.

13 Kuba obanga omusai gwembuzi nente enume
nevu lyente endusi, ebimansirwa kwabo abalina
14 empitambi, bitukuza okunaza omubiri; omusai
gwa Masiya, eyewayo yeka Olwomwoyo atagwa-
wo eri Katonda nga taliko bulema, tegulisinga
nyo okunaza omwoyo gwamwe mu bikolwa ebifu
15 okuwereza Katonda omulamu? Era ye kyava
abera omubaka wendagano empya, okufa bwe-
kwaberawo olwokununula mu byonono ebyomu-
ndagano eyoluberyeberye, abaitibwa balyoke ba-
16 webwe okusubiza kwobusika obutagwawo. Kuba-
nga awaba endagano (eyobusika), kigwana oku-
17 bawo okufa oyo eyagiragana. Kubanga endagano
(eyobusika) enyuwerera awaba okufa: kubanga
18 yali einzi'za eyagiragana ngakyali mulamu? Era
(nendagano) eyoluberyeberye kyeyava erema
19 okusokebwa awatali musai. Kubanga buli kira-
giro bwekyamalanga okwogerwa Musa eri aba-
ntu bona ngamateka bwegali, natwala omusai
gwenyana nembuzi, wamu nama'zi nebyoya bye-
ndiga ebimyufu nezobu, namansira ku kitabo
20 kye nyini, era ne ku bantu bona, ngayogera nti
Guno gwe musai gwendagano Katonda gyeya-
21 balagira. Era nate ewema nebintu byona ebyo-
22 kuwereza nabimansirako omusai bwatyo. Era
mu mateka kubulako katono ebintu byona oku-
nazibwa omusai, era awataba kuyiwa musai tewa-
bawo kusonyibwa.

23 Kale ebifananyi byebyo ebyomugulu kyabi-
gwanira okunazibwa nebyo, naye ebyomugulu
bye nyini (okunazibwa) nesadaka ezisinga ezo.
24 Kubanga Masiya teyaingira mu kifo ekitukuvu
ekyakolebwa nemikono, ekyafanana ngekyo
ekyamazima; naye mu gulu mwe nyini, okula-
25 bika kakano mu maso ga Katonda kulwafe: so

si kwewayo mirundi mingi; nga kabona omukulu bwaingira mu kifo ekitukuvu buli mwaka nomusai ogutali gugwe; kubanga kyandimugwanide okubonabona emirundi emingi okuva ku kutondebwa kwensi: naye kakano omulundi gumu ku nkomerero yemirembe alabise okugyawo ekibi olwokwewayo ye nyini. Era ngabantu bwebaterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvanyuma lwokwo musango; era ne Masiya bwatyo, bweyamala okuwebwayo omulundi ogumu okwetika ebibi byabangi, alirabika omulundi ogwokubiri awatali kibi eri abo abamulindirira, olwobulokozi.

10.

Kubanga amateka bwegalina ekisikirize ekyebirungi ebyali bigenda okuja, so si kifananyi kye nyini ekyebigambo, nesadaka ezitajulukuka, zebawayo obutayosa buli mwaka buli mwaka, tebainza enaku zona kubatukiriza abo abazisemberera. Kubanga tezandirekedwayo kuwebwayo? kubanga abasinza, bwebamala okunazibwa dala omulundi ogumu, tebandibade na kwetegerako ebibi nate. Naye mwezo mulimu okujukiza ebibi buli mwaka buli mwaka. Kubanga tekiinzika omusai gwente enume nembuzi okugyako ebibi.

Ngaja munsi, kyava ayogera nti

Sadaka nebiwebwayo tewabyagala,
Naye wantekeratekera omubiri;
Tewasima ebyokebwa ebiramba (nebiwebwayo) olwebibi:
Nendyoka njogera nti Laba, nzi'ze
[Mu muzingo gwekitabo kyampandikirwamu]
Okukola byoyagala, ai Katonda.

Bwayogera wagulu nti Sadaka nebiwebwayo ne-

byokebwa ebiramba (nebiwebwayo) olwebibi tewabyagala so tewabisima [ebyo bye biwebwayo
9 ngamateka bwegali], nalyoka ayogera nti Laba, nzi'ze okukola byoyagala. Agyawo ekyoluberye-
10 berye, alyoke anyuweze ekyokubiri. Mwebyo byayagala twatukuzibwa olwokuwayo omubiri
11 gwa Isa Masiya omulundi ogumu. Na buli kabona aimirira buli lunaku ngawereza ngawayo emirundi emingi sadaka ezitajulukuka, ezitainza
12 kugyako bibi emirembe gyona: naye oyo bweyamala okuwayo sadaka emu olwebibi okutusa emirembe gyona, nalyoka atula ku mukono
13 ogwadyo ogwa Katonda; ngalindirira oluvanyuma abalabebe okufusibwa entebe eyebigerebye.
14 Kubanga olwokuwayo sadaka emu yatukiriza
15 okutusa emirembe gyona abatukuzibwa. Era Nomwoyo Omutukuvu ye mujulirwa gyetuli: kubanga bwamala okwogera nti

16 Eno ye ndagano gyendiragana nabo
Oluvanyuma lwenaku ziri, bwayogera Mukama;
Nditeka amateka gange ku mutima gwabwe,
17 Era ne ku magezi gabwe ndigawandika;
(nalyoka ayogera nti)
Nebibi byabwe nobujemu bwabwe siribijukira nate.

18 Naye awali okugyibwako ebyo, tewakyali kuwayo sadaka olwekibi.

19 Kale, abaluganda, bwetulina obugumu okuingira mu kifo ekitukuvu olwomusai gwa Isa,
20 mu kubo lyeyatukubira, erigya era edamu, eriita
21 mu gigi, gwe mubirigwe; era (bwetulina) kabo-
22 na omunene afuga enyumba ya Katonda; tusembere nomwoyo ogwamazima mu kukiriza okutukirira, emitima gyafe nga gimansirwako oku-

gyamu omwoyo omubi, nemibiri gyafe nga ginazibwa nama'zi amalungi: tunyuweze okwatula esubi lyafe obutasagasagana; kubanga eyasubiza mwesigwa: era tulowozaganenga feka na feka okukubiriza okwagala nebikolwa ebirungi; obutaleka kukung'ana wamu, ngabalala bwebaisa, naye nga tubulirira; era nga tweyongera (okukola ebyo) bwetuti, nga bwemulaba olunaku luli nga lunatera okutuka.

Kuba bwetugenderera okwonona nga tumaze okuwebwa okutegera amazima, tewasigadeyo nate sadaka olwebibi, wabula okulindirira nobuti omusango, nobukambwe obwomuliro oguggenda okwokya abalabe. Anyoma amateka ga Musa afa awatali kusasirwa olwabajulirwa ababiri oba basatu: mulowoza mutya, okubonerezebwa oyo kwalisanyizibwa kulyenkana wa okusinga okuba okubi eyalinyiririra dala Omwana wa Katonda, nalowoza omusai gwendagano ogwamutukuza obutaba mutukuvu, nagirira ekyejo Omwoyo owekisa? Kubanga tumumanyi oyo eyayogera nti Egwanga lyange, nze ndiwalana. Era nate nti Mukama alisalira omusango abantube. (Kigambo) kya ntisa okugwa mu mikono gya Katonda omulamu.

Naye mujukire enaku ezeda, bwemwamala okwakirwa, zemwagumikiririzamu okufuba okunene okwebibonobono; olulala bwemwafuka ekyerolerwa olwebivume nokulaba enaku; olulala, bwemwasekimu nabo abakolerwa ebyo. Kubanga mwasasira abasibe, era mwagumikiriza nesanyu okunyagibwako ebintu byamwe, nga mutegera nga mulina mweka ebintu ebisinga obulungi era ebyoluberera. Kale temusula bugumu bwamwe, obuliko empera enene. Kubanga

mwetaga okugumikiriza, bwemulimala okukola Katonda byayagala mulyoke muwebwe ekyasubizibwa.

37 Kubanga wakyasigadeyo akasera katono nyo,
Aja alituka, so talirwa.
38 Naye omutukirivu wange aliba mulamu lwa kukiriza:
Era bwadayo enyuma, ememe yange temusanyukira.
39 Naye fe tetuli ba kuda nyuma mu kuzikirira, naye tuli ba kukiriza olwokulokola obulamu.

11.

1 Okukiriza kye kinyuweza ebisubirwa, kye ki-
2 tegereza dala ebigambo ebitalabika. Kubanga
3 abakade bategerezwa mwokwo. Olwokukiriza tutegera ngebintu byona byakolebwa kigambo kya Katonda, era ekirabika kyekyava kirema okuko-
4 lebwa okuva mu birabika. Olwokukiriza Abiri yawa Katonda sadaka esinga obulungi okukira eya Kaini, eyamutegezesa okuba nobutukirivu, Katonda bweyategeza ku birabobye: era olwo-
5 kwo newakubade nga yafa akyayogera. Olwokukiriza Enoka yatwalibwa obutalaba kufa; natalabika kubanga Katonda yamutwala: kubanga bweyali nga tanatwalibwa yategezebwa okusimi-
6 bwa Katonda: era awataba kukiriza tekiinzika kusimibwa: kubanga aja eri Katonda kimugwanira okukiriza nga wali, era nga ye mugabi we-
7 mpera eri abo abamunonya. Olwokukiriza Nuwa, bweyalabulwa (Katonda) ku bigambo ebyali bitanalabika, natya bulungi nasiba eryato olwokulokola enyumbaye; kyeyava asalira Ensi omusango, nafuka omusika wobutukirivu obuli

mu kukiriza. Olwokukiriza Ibulaimu, bweyai- 8
tibwa, nawulira nokugenda nagenda mu kifo
kyeyali agenda okuwebwa okuba obusika ; nava-
yo nga tamanyi gyagenda. Olwokukiriza nabe- 9
ra omugenyi munsi eyasubizibwa, ngetali yiye,
ngasula mu wema wamu ne Isaka ne Yakobo,
basika bane abokusubizibwa okwo : kubanga ya- 10
lindirira ekibuga kiri ekirina emisingi, Katonda
kyeyakuba kyeyazimba. Olwokukiriza era ne 11
Sala ye nyini nawebwa amanyi okuba olubuto
newakubade nga yali aitiride (okuzala), kubanga
oyo eyasubiza yamulowoza nga mwesigwa : era 12
kyebava bazalibwa (oyo) omu era eyali ngafude,
abali ngemunyenye ezomugulu obungi, era ngo-
musenyu oguli ku tale lyenyanja ogutabalika.

Abo bona bafira mu kukiriza, nga tebawere- 13
dwa ebyasubizibwa, naye nga babirengerera wala,
era nga babiramusa, era nga batula nga bagenyi
era abatambuze kunsi. Kubanga abogera bwe- 14
batyo bolesa nga banonya ensi eyobutaka. Era 15
singa bajukira ensi eri gyebavamu, bandibade
nebanga okudayo. Naye kakano begomba esi- 16
nga obulungi, ye yomugulu : Katonda kyava
alema okukwatibwa ensonyi kulwabo, okuitibwa
Katonda wabwe : kubanga yabatekeratekera
ekibuga.

Olwokukiriza Ibulaimu, bweyakemebwa, na- 17
wayo Isaka : era eyawebwa ebyasubizibwa ne-
sanyu yali agenda okuwayo omwanawe eyazali-
bwa omu yeka ; eyagambibwa nti Mu Isaka eza- 18
deryo mweririitirwa : bweyalowoza nga Katonda 19
ainza okuzukiza mu bafu era ; era mweyamuwe-
rwa mu kifananyi. Olwokukiriza Isaka yabasa- 20
bira omukisa Yakobo ne Esau, era mu bigambo
ebyali bigenda okuja. Olwokukiriza Yakobo, 21

bweyali agenda okufa, yasabira omukisa abana
ba Yusufu bombiriri ; nasinza (ngakutamye) ku
22 musa gwomugogwe. Olwokukiriza Yusufu,
bweyali nganatera okufa, nayogera ku kuvayo
kwabana ba Isiraeri ; nalagira ebyamagumbage.
23 Olwokukiriza Musa, bweyazalibwa, abakadebe
nebamukwekera emyezi esatu, kubanga bamula-
ba nga mulungi ; nebatatya kiragiro kya kabaka.
24 Olwokukiriza Musa, bweyakula, nagana okuiti-
25 bwa omwana wa muwala wa Falao ; ngasinga
okwagala okukolebwa obubi awamu nabantu
ba Katonda okukira okuba nokwesima okwe-
26 kibi okugwawo amangu ; ngalowoza ekivume
kya Masiya okuba obugaga obusinga ebintu Bye-
27 misiri : kubanga yekaliriza empera eyo. Olwo-
kukiriza naleka Misiri, nga tatya busungu bwa
kabaka : kubanga yagumikiriza ngalaba oyo ata-
28 labika. Olwokukiriza yakola Okuitako nokuma-
nsira omusai, eyazikiriza ababeryeberye aleme
29 okubakomako. Olwokukiriza nebaita mu Nyanja
Emyufu nga ku lukalu : Abamisiri bwebagezа-
30 ko okukola bwebatyo nebasanyizibwawo. Olwo-
kukiriza bugwe Weyeriko nagwa, bweyamala
31 okwetololwa enaku omusanvu. Olwokukiriza
Lakabu omwenzi oyo teyazikiririra wamu nabo
abatagonda, bweyasembeza abake'si emirembe.
32 Njogere ki nate ? Kubanga ebanga linanzigwa-
ko bwenayogera ku Gideoni, Balaka, Samusoni,
33 Yefesa ; ku Daudi ne Samuiri ne banabi : olwo-
kukiriza abo be bawangula obwakabaka, be
bakola ebyobutukirivu, be bafuna ebyasubizi-
34 bwa, be babuniza obumwa bwempologoma, be
bazikiza amanyi gomuliro, be baduka obwogi
bwekitala, be bawebwa amanyi okuva mu buna-
fu, be bafuka abazira mu ntalo, be bagaba egye

lyabamawanga. Abakazi nebawebwa abafu ba- 35
bwe mu kuzukira: nabalala nebaiganyizibwa,
nga tebaganya kununulibwa, balyoke bawebwe
okuzukira okusinga obulungi: nabalala nebake- 36
mebwa nga badulirwa era nga bakubibwa,
era nate nga basibibwa nebatekebwa mu kome-
ra: bakubibwa amainja, basalibwamu nemisu- 37
meno, bakemebwa, batibwa nekitala: batambu-
langa nga bambade amaliba gendiga na-
gembuzi; nga balekebwa, nga babonyabonye-
zebwa, nga bakolwa obubi [ensi betasanira], 38
nga bakyamira mu nkola ne ku nsozi ne
mu mpuku ne mu binya ebyensi. Nabo bona, 39
bwebamala okutegezebwa olwokukiriza kwabwe,
nebatafuna ekyasubizibwa, Katonda bweyatula- 40
bira eda fe ekisinga obulungi, bo baleme okutu-
kirizibwa fe nga tetuliwo.

12.

Kale nafe, bwetulina olufu lwabajulirwa olwe- 1
nkana awo olutwetolode, twambule buli ekizitowa
nekibi ekyegata nafe, tudukane nokugumikiriza
okuwakana okutekedwa mu maso gafe, nga tu- 2
tunulira Isa yeka omukulu wokukiriza kwafe era
omutukiriza wakwo, olwesanyu eryatekebwa mu
masoge eyagumikiriza omusalaba, nganyoma
ensonyi, natula ku mukono ogwadyo ogwentebe
ya Katonda. Kubanga mumulowoze oyo eya- 3
gumikiriza empaka embi ezenkana awo ezaba-
kola ebibi kubo be nyini, muleme okukowa, nga
mudirira mu meme zamwe. Temunawakana 4
okutusa ku musai nga mulwana nekibi: era 5
mwerabide (ekigambo) ekibulirira, ekyogera
namwe ngabana nti

Mwana wange, tonyomanga kukangavula kwa
Mukama,
So todiriranga bwakunenyanga;
6 Kubanga Mukama gwayagala amukangavula,
Era akuba buli mwana gwakiriza.
7 Olwokukangavulwa kyemuva mugumikiriza-
nga; Katonda abakola ngabana; kuba mwana
8 ki kitawe gwatakangavula? Naye bwemunabe-
ranga awatali kukangavulwa, bona kwebaseki-
9 mu, muli bebolereze, so si bana. Nate twalina
bakitafe abomubiri gwafe abatukangavulanga,
netubasamu ekitibwa: tetulisinga nyo kugonde-
10 ra kitawe wemyoyo, netuba abalamu? Kuba-
nga bo batukangavulira enaku si nyingi nga
bwebayagalanga; naye oyo (atukangavula) olwo-
11 kugasa, tulyoke tusekimu obutukuvubwe. Oku-
kangavulwa kwona mu biro ebya kakano teku-
fanana nga kwa sanyu wabula kwa naku: naye
oluvanyuma kubala ebibala ebyemirembe eri
abo abaigirizibwa mwokwo, bye byobutukirivu.
12 Kale mugolole emikono egirengeja, namavivi
13 agakozimba; era mukubire ebigere byamwe
amakubo amagolokofu, awenyera aleme okuga-
vamu, naye awone buwonyi.
14 Mugoberere emirembe eri abantu bona, nobu-
tukuvu, awatali obwo siwali aliraba Mukama:
15 nga mutunulira nyo waleme okuba omuntu
yena awebuka mu kisa kya Katonda; ekikolo
kyona ekyokukawa kireme okuloka nokuberali-
16 kiriza, era nekigwagwawaza abangi; waleme
okubera omwenzi, oba atatya Katonda, nga
Esau, eyatunda obusikabwe ye olwakawumbo
17 kemere akamu. Kubanga mumanyi nga era
oluvanyuma bweyayagala okusikira omukisa,
naganibwa [kubanga teyalaba banga lya kwene-

nya], newakubade nga yagunonya nyo namaziga.

Kubanga temu'ze ku (lusozi) olukwatibwako 18
era olwaka nomuliro, neri ekizikiza ekikute zigizigi, ne kibuyaga, nokuvuga kwekondere, nedo- 19
bozi lyebigambo; abaliwulira nebegairira obutayongerwako kigambo lwa kubiri: kubanga teba- 20
kiinza ekyalagirwa nti Newakubade nekisolo bwekikoma ku lusozi, kirikubibwa amainja; ne- 21
byalabika byali bya ntisa bwebiti Musa nokugamba nagamba nti Ntide nyo era nkankanye: naye mu'ze ku lusozi Sayuni, ne ku kibuga kya 22
Katonda omulamu, Yerusalemi ekyomugulu, neri obukumi bwa bamalaika, eri ekung'aniro 23
edene era ekanisa eyababeryeberye abawandikibwa mu gulu, neri Katonda Omulamuzi wa bona, neri emyoyo gyabatukirivu abatukirizibwa, neri Isa omubaka wendagano empya, neri 24
omusai ogwokumansira ogwogera ebirungi okusinga ogwa Abiri. Mwekume obutagananga 25
ayogera. Kubanga bali bwebatalokoka, bwebamugana oyo eyabalabula ngaima munsi, fe abamukuba amabega oyo (atulabula) ngaima mu gulu tulisinga nyo (obutalokoka): eyakankanya 26
ensi nedobozirye mu biro biri: naye kakano yasubiza, ngayogera nti Ekyasigade omulundi gumu ndinyenya, si nsi yoka, naye era negulu. Nekyo, nti Ekyasigade omulundi gumu, kitege- 27
za okugyibwawo kwebyo ebikankanyizibwa, ngebyakolebwa, ebitakankanyizibwa biryoke biberewo. Kale, bwetuwebwa obwakabaka obuta- 28
kankanyizibwa, tube nekisa, kituwerezese okuwereza okusimibwa Katonda nokwegendereza nokutya: kubanga Katonda wafe gwe muliro 29
ogwokya.

13.

1, 2 Okwagala aboluganda kuberengawo. Te-
mwerabiranga kusembeza bagenyi: kubanga
olwokwo waliwo abasembeza bamalaika nga te-
3 bamanyi. Mujukirenga abasibe, ngabasibirwa
awamu (nabo; era) nabalaba enaku, kubanga
4 namwe muli mu mubiri. Okufumbiriganwa
kwa kitibwa eri bona, nekitanda kirongofu: ku-
banga abakaba nabenzi Katonda alibasalira
5 omusango. Muberenga nempisa eyobutagala-
nga bintu; byemulina bibamalenga: kubanga
ye nyini yagamba nti Sirikuleka na katono, so
6 sirikwabulira na katono. Nokwang'anga netwa-
ng'anga okwogera nti

Mukama ye mubezi wange; siritya
Omuntu alinkola ki?

7 Mujukirenga abo abābafuga, abābabulira ekigambo kya Katonda; era nga mutunulira enkomerero yempisa zabwe, mugoberere okukiriza
8 kwabwe. Isa Masiya jo ne lero aba bumu no-
9 kutusa emirembe nemirembe. Temutwalibwa-
twalibwanga na kuigiriza okwengeri enyingi okugya: kubanga kirungi omutima okunyuwezebwa nekisa; so si (kunyuwezebwa na mpisa)
10 ezokulya, ezitagasa abo abazitambuliramu. Tu-
lina ekyoto abawereza (ebyomu) wema kyeba-
11 talagirwa kulirako. Kubanga ebisolo biri, ebi-
twalibwamu omusai gwabyo kabona omukulu mu kifo ekitukuvu olwekibi, emibiri gyabyo
12 gyokerwa bweru wa lusisira. Era ne Isa kye-
yava abonabonera ebweru wa wankaki, alyoke
13 atukuze abantu nomusaigwe ye. Kale tufulume (okugenda) gyali ebweru wolusisira nga twe-

tise ekivumekye. Kubanga wano tetulina ki- 14
buga ekiberera, naye tunonya ekigenda okuja.
Kale mwoyo tuwereyo eri Katonda bulijo sada- 15
ka eyetendo, kye kibala ekyemimwa egyatula
eri erinyalye. Naye okukola obulungi nokuka- 16
nya temwerabiranga: kubanga sadaka eziri
ngezo zimusanyusa nyo Katonda. Mubawulire- 17
nga abo ababafuga mubagondere: kubanga abo
batunula olwobulamu bwamwe, ngabaliwoza
bwebakola; balyoke bakole bwebatyo nesanyu
so si na kusinda: kubanga ekyo tekyandigasiza
mwe.

Mutusabirenga: kubanga tumanyide dala nga 18
tulina omwoyo omulungi, nga twagala okuba
nempisa enungi mu byona. Era okusinga enyo 19
mbegairira okukola bwemutyo, ndyoke nkome-
zebwewo mangu gyemuli.

Naye Katonda owemirembe, eyakomyawo mu 20
bafu omusumba wendiga omukulu olwomusai
ogwendagano eyoluberera, ye Mukama wafe Isa,
abatukirize mu buli (kigambo) kirungi okukola- 21
nga byayagala, ngakolera mufe ekisimibwa mu
masoge, kubwa Isa Masiya; awebwe ekitibwa
emirembe nemirembe. Amina.

Naye mbabulirira, abaluganda, mugumikirize 22
ekigambo ekyokubulirira: kubanga mbawandi-
kide mu bigambo bitono. Mumanye nga muga- 23
nda wafe Timoseo yatebwa; bwalija amangu,
ndibalabira wamu naye.

Mubalamuse bona ababafuga, nabatukuvu 24
bona. Abomu Italiya babalamusiza.

Ekisa kibere namwe mwena. Amina. 25

EBALUWA YA YAKOBO

ERI EKANISA ZONA.

1.

1 Yakobo, omudu wa Katonda ne Mukama (wafe) Isa Masiya, eri ebika ekumi nebibiri ebyasasana, mbalamusi'za.
2 Mulowozenga byona okuba esanyu, baganda bange, bwemunagwanga mu kukemebwa okutali
3 kumu; nga mutegera ngokugezebwa kwokuki-
4 riza kwamwe kuleta okugumikiriza. Era omulimu gwokugumikiriza gutukirire, mulyoke mubere abātukirira, abalina byona, abatawebuka mu kigambo kyona.
5 Naye obanga omuntu yena kumwe awebuka mu magezi, asabe Katonda abawa bona obutama
6 so takayuka; naye aliwebwa. Naye asabenga mu kukiriza, nga taliko kyabusabusa: kubanga abusabusa afanana ngejengo eryenyanja eritwali-
7 bwa nempewo nerisukundibwa. Kubanga omuntu oyo talowozanga ngaliwebwa ekintu kyona eri
8 Mukama wafe; omuntu owemyoyo ebiri, atanyuwera mu makuboge gona.
9 Naye owoluganda omukopi yenyumirizenga olwobukulubwe: era nomugaga (yenyumirize-
10 nga) olwokukopiwalakwe: kubanga aligwawo
11 ngekimuli kyomudo. Kubanga enjuba evayo nomusana omungi newotosa omudo; nekimuli kyagwo nekigwa nobulungi bwekifananyi kya-

gwo nebubula: era nomugaga bwatyo bwaliwotoka mu kutambulakwe.

Alina omukisa omuntu agumikiriza okukemebwa: kubanga bwalimala okusimibwa aliwebwa engule eyobulamu, (Mukama wafe) gyeyasubiza abamwagala. Omuntu yena bwakemebwanga, tayogeranga nti Katonda yankema: kubanga Katonda takemeka na bubi, era ye ye nyini takema muntu yena: naye buli muntu akemebwa, ngawalulwa nokwegombakwe ye nasendebwasendebwa. Okwegomba okwo nekulyoka kuba olubuto nekuzala okwonona: nokwonona okwo, bwekumala okukula, nekuzala okufa. Temwerimbalimbanga, baganda bange abagalwa. Buli kirabo kirungi na buli kitone kitukirivu kiva wagulu, nga kika okuva eri Kitafe owebyaka, atainza kuba na kufukafuka newakubade ekisikirize ekyokukyuka. Olwokutesakwe yatuzala nekigambo ekyamazima, tulyoke tubere ngomwaka omuberyeberye ogwebitondebye.

(Ekyo) mukimanyi, baganda bange abagalwa. Naye buli muntu aberenga mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusunguwala: kubanga obusungu bwomuntu tebukola butukirivu bwa Katonda. Kale mutekenga wala obugwagwa bwona nobubi obusukiride, mutole nobuwombefu ekigambo ekisigibwa ekiinza okulokola obulamu bwamwe. Naye mubere bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwuluzi, nga mwerimbalimba. Kubanga omuntu yena bwaba omuwulizi wekigambo, songa si mukozi, oyo afanana ngomuntu eyeraba amaso agobuzaliranwabwe mu ndabirwamu: kubanga yeraba nagenda, amangwago neyerabira bwafananye. Naye atunula mu mateka amatukirivu agedembe

12 13 14 15 16 17 18 19 20 21 22 23 24 25

nanyikiriramu, nga si muwulizi eyerabira naye
mukozi akola, oyo aliwebwa omukisa mu kuko-
26 lakwe. Omuntu yena bweyerowoza nga wa
dini, bwataziiza lulimirwe, naye yerimba omu-
27 timagwe, edini yoyo teriko kyegasa. Edini
enongofu eterimu ko mu maso ga Katonda Kitafe
yeno, okubalambula abafuzi ne banamwandu mu
bunaku bwabwe, nokwekuma obutaba na mabala
agomunsi.

2.

1 Baganda bange, temubanga na kukiriza kwa
Mukama wafe Isa Masiya owekitibwa nokusosola
2 mu bantu. Kubanga bwaingira mu kunganiro
lyamwe omuntu alina empeta eya zabu ayambade
ebyobuyonjo, era nomwavu ayambade enzina nai-
3 ngira, namwe nemumwaniriza ayambade eby-
mbalo ebyobuyonjo, nemwogera nti Gwe tula
wano awalungi, era nemugamba omwavu nti
Gwe imirira eri, oba tula wansi awali akatebe
4 kebigere byange; ngá temwawukanye mumwe
mweka, nemufuka abasazi bensonga abebirowozo
5 ebibi? Muwulire, baganda bange abagalwa;
Katonda teyalonda abalina obwavu bwomunsi
(okubera) nobugaga obwokukiriza, nokusikira
6 obwakabaka bweyabasubiza abamwagala? Naye
mwe mwanyoma omwavu. Abagaga sibe baba-
joga nebabawalula be nyini awasalirwa emisa-
7 ngo? Sibe bavuma erinya edungi lyemuitibwa?
8 Naye bwemutukiriza eteka lino eriri nga kabaka
(wamateka), nga bwekyawandikibwa nti Oyagala-
nga muntu muno nga bweweyagala weka, mukola
9 bulungi. Naye bwemunasosolanga mu bantu,
nga mukoze kibi, nemusingibwa amateka nga-
10 boponyi. Kubanga omuntu yena bwakwatanga

amateka gona, naye nasobya mu limu, nga'zi'za
omusango gwa gona. Kubanga oyo eyayogera 11
nti Toyendanga, ate yayogera nti Totanga Kale
bwotoyenda naye no'ta, ngofuse mwononyi wa-
mateka. Mwogerenga era mukolenga bwemu- 12
tyo ngabagenda okusalirwa omusango namateka
agedembe. Kubanga omusango tegubako kusa- 13
sirwa eri atasasira: okusasira kujaguliza ku
musango.

Kigasa kitya, baganda bange, omuntu bwa- 14
yogera ngalina okukiriza, naye nataba na biko-
lwa? Okukiriza okwo kuinza okumulokola?
Bwewabawo owoluganda omusaja oba mukazi 15
nga bali bwerere, ngemere eya buli lunaku
tebamala, era omu kumwe bwabagamba nti Mu- 16
gende nemirembe, mubugume, mukute, naye
nemutabawa omubiri byegwetaga; kigasa kitya?
Era nokukiriza bwekutyo, bwekutabako bikolwa, 17
kwoka nga kufude. Naye omuntu alyogera nti 18
Gwe olina okukiriza, nange nina ebikolwa: ndaga
okukirizakwo awatali bikolwabyo, nange olwebi-
kolwa byange ndikulaga okukiriza (kwange).
Okiriza nga Katonda ali omu, okola bulungi: 19
era ne basetani bakiriza, nebakankana. Naye 20
oyagala okutegera, gwe omuntu atalimu, ngoku-
kiriza awatali bikolwa tekuliko kyekugasa?
Ibulaimu jaja wafe teyawebwa butukirivu lwa 21
bikolwa, kubanga yawayo Isaka omwanawe ku
kyoto? Olaba ngokukiriza kwakolera wamu 22
nebikolwabye, era okukirizakwe kwatukirizibwa
olwebikolwabye: ekyawandikibwa nekitukirira 23
ekyogera nti Ibulaimu nakiriza Katonda, neku-
mubalirwa okuba obutukirivu; naitibwa mu-
kwano gwa Katonda. Mulaba ngomuntu awe- 24
bwa obutukirivu lwa bikolwa, so si lwa kukiriza 25

kwoka. Era ne Lakabu omwenzi bwatyo teya-
webwa butukirivu lwa bikolwa, kubanga yase-
26 mbeza ababaka, nabaisa mu kubo edala? Kuba
ngomubiri awatali mwoyo bweguba ngogufude,
era nokukiriza bwekutyo awatali bikolwa nga
kufude.

3.

1 TEMUBERANGA baigiriza bangi, baganda bange,
nga mumanyi nga tulisalirwa omusango ogusi-
2 nga obunene. Kubanga mu bingi tusobya fena.
Omuntu yena bwatasobya mu kigambo, oyo ye
muntu eyatukirira, ainza okuziiza era nomubiri-
3 gwe gwona. Naye bwetuteka ebyuma ebye-
mbalasi mu mimwa gyazo zityoke zitugondere,
netuzikyusakyusa era nemibiri gyazo gyona.
4 Laba, era namato, newakubade nga manene
bwegatyo, era nga gatwalibwa empewo ezama-
nyi, enkasi entono enyo yegagoba yona yona
5 omugoba gyasima mu kwagalakwe. Era nolu-
limi bwerutyo kye kitundu ekitono, nerwenyu-
miriza ebikulu. Laba, emiti emingi egyenka-
nide awo okwokebwa nakaliro akatono bweka-
6 tyo. Nolulimi muliro: ensi eyobubi mu bitu-
ndu byafe lwe lulimi, olwonona omubiri gwona,
era olukoleza ebitonde byona bwebitambula,
7 era olukolezebwa Egeyena. Kubanga buli ngeri
eyensolo nenyonyi nebyewalula nebyenyanja
8 bifugika era byafugibwa abantu: naye olulimi
siwali muntu ainza okulufuga; bubi obutaziti-
9 zika, lujude obusagwa obu'ta. Olwo lwetute-
nderezesa Mukama wafe ye Kitafe; era olwo
lwetukolimiza abantu abakolerwa mu kifananyi
10 kya Katonda: mu kamwa akamu mwe muva
okutendereza nokukolima. Baganda bange, ebyo

tekibigwanira kubera bwebityo. Ensulo ekuluku- 11
kuta (ama'zi) amalungi nagakawa mu liso erimu?
Omutini guinza, baganda bange, okubala ezei- 12
tuni, oba omuzabibu okubala etini? So ama'zi
agomunyo (tegainza) kuvamu malungi.

Ani alina amagezi nokutegera mumwe? 13
Alage mu mpisa enungi ebikolwabye mu magezi
amawombefu. Naye bwemuba nobugya obuka- 14
mbwe nokuyomba mu mutima gwamwe, temwe-
nyumirizanga so temulimbanga okuziiza ama-
zima. Amagezi gano sige gaka okuva wagulu, 15
naye ga munsi, ga buzaliranwa, ga Setani. Ku- 16
banga awaba obugya nokuyomba, we waba
okutabuka na buli kikolwa ekibi. Naye amagezi 17
agava wagulu okusoka malongofu, nate ga mire-
mbe, mawombefu, mawulize, agajude okusasira
nebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina
bunanfusi. Era ekibala ekyobutukirivu kisigibwa 18
mu mirembe eri abo abaleta emirembe.

4.

Entalo ziva wa nokulwana kuva wa mumwe? 1
Si muno, mu kwegomba kwamwe okulwana mu
bitundu byamwe? Mwegomba so temulina: 2
mu'ta, era mwegomba, so temuinza kufuna:
mulwana era mutabala; temulina kubanga te-
musaba. Musaba nemutawebwa, kubanga mu- 3
saba bubi, mulyoke mubikoze okwegomba
kwamwe. Mwe abakazi abenzi, temumanyi 4
ngomukwano gwensi bwe bulabe bwa Katonda?
Kale, omuntu yena bwayagala okubera mukwano
gwensi yefula mulabe wa Katonda. Oba mulo- 5
woza ngekyawandikibwa kyogerera bwerere?
Omwoyo gweyatuza mufe gwegomba okuleta

6 obugya? Naye yeyongera okugaba ekisa. Kye-
kiva kyogera nti Katonda alwana nabamalala,
7 naye abawombefu abawa ekisa. Kale mujemu-
lukukire Katonda; naye mulwane ne Setani,
8 naye alibaduka. Musemberere Katonda, naye
alibasemberera mwe. Munabe mu ngalo, abalina
ebibi; era mutukuze mu mitima, abalina ememe
9 ebiri. Munakuwale, mukube ebiwobe, mukabe:
okuseka kwamwe kufuke ebiwobe, nesanyu
10 (lifuke) okunakuwala. Mwetowazenga mu maso
ga Mukama wafe, naye alibagulumiza.
11 Temwogeragananga bubi, aboluganda. Ayo-
gera obubi ku woluganda, oba asalira omusango
owoluganda, ayogera obubi ku mateka, era
asalira musango mateka: naye bwosalira omusa-
ngo amateka, nga toli mukozi wa mateka, wabula
12 omusazi womusango. Eyateka amateka era
omusazi womusango ali omu, oyo ainza okulo-
kola nokuzikiriza: naye gwe asalira omusango
muno gwani?
13 Kale no mwe abogera nti Lero oba jo tuna-
genda mu kibuga gundi, tulimalayo omwaka
14 gumu, tulitunda, tulivisa amagoba: naye nga
temutegera bya nkya. Obulamu bwamwe buli
nga kiki? Muli lufu, olulabika akasera aka-
15 tono, nerulyoka lugwawo: wemwandyogerede
nti Mukama wafe bwalyagala, tuliba balamu, era
16 tulikola bwetuti oba bwetuti. Naye kakano
mwenyumiriza mu kwekulumbaza kwamwe:
okwenyumiriza kwona okuli bwekutyo kubi.
17 Kale amanya okukola obulungi natakola, kye
kibi eri oyo.

5.

KALE 'no mwe abagaga, mukabe mulire olwe- 1
naku ezija kumwe. Obugaga bwamwe buvunze, 2
nebyambalo byamwe biriridwa enyenje. Ezabu 3
yamwe nefeza zitalaze; nobutalage bwazo bu-
liba mujulirwa gyemuli, bulirya omubiri gwa-
mwe ngomuliro. Mwakunganyiza ebintu mu
naku ezenkomerero. Laba, empera yabakozi 4
abakungula enimiro zamwe, gyemulyazamanya,
ekaba: nebiwobe byabo abakungula byaingira
mu matu ga Mukama owegye. Mwesanyusa 5
kunsi, nemwenanya; mwege'ze'za mu mitima
gyamwe nga ku lunaku olwokusala. Mwasala 6
omusango okusinga omutukirivu, nemumu'ta;
talwana namwe.

Kale, aboluganda, mugumikirizenga okutusa 7
okuja kwa Mukama wafe. Laba, omulimi ali-
ndirira ebibala ebyensi ebyomuwendo omungi,
abigumikiririza, okutusa okuwebwa enkuba eya
dumbi neya togo. Era namwe mugumikirize; 8
munyuweze emitima gyamwe: kubanga okuja
kwa Mukama wafe kuli kumpi. Temwemulu- 9
gunyanga, aboluganda, mweka na mweka, mu-
leme okusalirwa omusango: laba, omusazi wemi-
sango aimiride ku lugi. Mutwale ekyokulabira- 10
ko, aboluganda, ekyokubonyabonyezebwa noku-
gumikiriza, banabi abayogera mu linya lya
Mukama. Laba, tubaita ba mukisa abāgumiki- 11
riza: mwawulira okugumikiriza kwa Yobu, era
mwalaba Mukama enkomerero (bwakola), nga
Mukama wa kisa kingi nokusasira.

Naye okusinga byona, baganda bange, temu- 12
tairanga newakubade egulu, newakubade ensi,

newakubade ekirairo ekirala kyona: naye (ekigambo) kyamwe wewawo kibere wewawo, (nekigambo) kyamwe siwewawo kibere siwewawo: muleme okugwa mu musango.

13 Waliwo mumwe omuntu ali obubi? asabe. Waliwo asanyuka? aimbe ebyokutendereza (Ka-
14 tonda). Waliwo mumwe omuntu alwade? aite abakadde bekanisa; bamusabire, nga bamusigako amafuta mu linya lya Mukama wafe:
15 nokusaba kwokukiriza kulimulokola omulwade, ne Mukama wafe alimuimusa; era obanga
16 yakola ebibi, birimugyibwako. Kale mwatuliraganenga ebibi byamwe mweka na mweka, musabiraganenga, mulyoke muwone. Okusaba kwomuntu omutukirivu kuinza nyo mu kukola
17 kwakwo. Eriya yali muntu eyakwatibwa byona nga fe, nasaba nyo enkuba ereme okutonya; enkuba netatonya kunsi emyaka esatu nemyezi
18 mukaga. Nasaba nate; egulu neritonyesa enkuba, ensi nemeza ebibala byayo.

19 Baganda bange, omuntu yena mumwe bwakyamanga okuva mu mazima, omuntu namala
20 amukyusa, ategere ngakyusa alina ebibi mu bukyamu obwekubolye alirokola obulamu mu kufa, era alibika ku bibi ebingi.

EBALUWA YA PETERO

EYOLUBERYEBERYE ERI EKANISA ZONA.

1.

Petero, omutume wa Isa Masiya, eri abalo- 1
nde abasasana abatambuze abomu Ponto, Galati-
ya, Kapadokiya, Asiya ne Bisuniya, nga bweya- 2
soka okutegera Katonda Kitafe, mu kutukuza
Kwomwoyo, olwokugonda nokumansirwako omu-
sai gwa Isa Masiya : ekisa nemirembe byeyonge-
re gyemuli.

Yebazibwe Katonda era Kitawe wa Mukama 3
wafe Isa Masiya, eyatuzala omulundi ogwokubi-
ri, ngokusasirakwe okungi bwekuli, tubere nesu-
bi edamu, olwokuzukira kwa Isa Masiya mu bafu,
tuingire mu busika obutagwawo, obutalina 'ko, 4
obutawotoka, obwabaterekerwa mwe mu gulu,
amanyi ga Katonda begakuma olwokukiriza oku- 5
funa obulokozi obwetesetese okubikulibwa mu
biro ebyenkomerero. Bwemujaguliza, newaku- 6
bade nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa oku-
tali kumu akasera akatono kakano, obanga kiba-
gwanira, okugezebwa kwokukiriza kwamwe oku- 7
singa omuwendo ezabu egwawo, newakubade
ngegezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleta
etendo nekitibwa nokugulumizibwa Isa Masiya
bwalibikulibwa : gwemwagala nga temunaba ku- 8
mulaba ; gwemutalaba kakano naye mumukiri-

za, nemujaguza esanyu eritayogerekeka, eririna
9 ekitibwa: nga muwebwa ekyabakirizisa, bwe bu-
10 lokozi bwobulamu. Ebyobulokozi obwo banabi
abalagula ebyekisa ekyali (kigenda okuja) gye-
11 muli banonya nyo nebakenenya: nga banonya
ebiro bwebiri oba bwebifanana Omwoyo gwa
Masiya eyali mubo byeyalaga, ngasoka okutege-
za ebibonobono bya Masiya, nekitibwa ekibigobe-
12 rera. Nabo babikulirwa nga si kulwabwe boka
wabula kulwamwe bawereza ebyo byemwakaja
mubulirwe kakano abo ababategeza enjiri mu
Mwoyo Omutukuvu eyatumibwa okuva mu
gulu; bamalaika byebegomba okulingiza.
13 Kale musibe ebimyu byamagezi gamwe, mu-
tamirukuke, musubirire dala ekisa ekiribalete-
14 rwa Isa Masiya bwalibikulibwa; ngabana aba-
gonda, nga temwefananya okwegomba okweda
15 okwomubutamanya bwamwe: naye ngoyo eya-
baita bwali omutukuvu era namwe mubere batu-
16 kuvu mu mpisa zona; kubanga kyawandikibwa
nti Muliba batukuvu; kubanga nze ndi mutu-
17 kuvu. Era bwemumuitanga Kitamwe, asala
omusango awatali kusaliriza ngomulimu gwa
buli muntu bweguli, mutambulenga nentisa mu
18 biro byamwe ebyokuba abaise: nga mumanyi
nga temwanunulibwa na bintu ebigwawo, feza
oba zabu, mu mpisa zamwe ezitalimu zemwawe-
19 bwa bajaja bamwe; wabula nomusai ogwomu-
wendo omungi, ngogwomwana wendiga ataliko
bulema newakubade ebala, ye Masiya: eyatege-
20 rebwa eda ensi nga tezinatondebwa, naye nala-
21 bisibwa ku nkomerero yebiro kulwamwe, abaki-
riza kububwe Katonda eyamuzukiza mu bafu
namuwa ekitibwa; okukiriza kwamwe nokusu-
22 bira biryoke bibere mu Katonda. Kubanga

mumaze okwetukuza obulámú bwamwe mu kúgondera amazima olwokwagala aboluganda okutalimu bunanfusi, mwagalanenga mu mutima nokufuba okungi: bwemwazalibwa omulundi ogwokubiri, si na nsigo egwawo, wabula etegwawo, nekigambo kya Katonda ekiramu ekyoluberera. Kubanga 23 24

Omubiri gwona (guli) ngomudo,
Nekitibwa kyagwo kyona (kiri) ngekimuli kyomudo.
Omudo guwotoka ekimuli nekigwa:
Naye ekigambo kya Mukama kiberera emirembe nemirembe. 25

Era ekyo kye kigambo ekyenjiri ekyababulirwa.

2.

Kale muteke wala obubi bwona nobukusa bwona nobunanfusi nobugya nokwogera obubi kwona, ngabana abawere abakaja bazalibwe, mwegombe amata agomwoyo agatalimu bulimba, galyoke gabakuze okutuka ku bulokovu; obanga mwalega ku Mukama wafe bwali omulungi: nga muja eri oyo, ejinja edamu, eryaganibwa abantu, naye eri Katonda donde, lya muwendo mungi, era namwe ngamainja amalamu muzimbibwa enyumba eyomwoyo okubera bakabona abatukuvu, okuwayo sadaka ezomwoyo, ezisimibwa Katonda kubwa Isa Masiya. Kubanga waliwo mu kyawandikibwa nti 1 2 3 4 5 6

Laba, nteka mu Sayuni ejinja ekulu eryokunsonda, edonde, eryomuwendo omungi:
Era amukiriza talikwatibwa nsonyi.

Kale eri mwe abakiriza omuwendo mungi: naye eri abatakiriza 7

Ejinja abazimbi lyebagana, eryo lye lyafuka
ekitikiro ekyokunsonda ;
8 era
Ejinja erisitalwako, era olwazi olusula ;
kubanga besitala ku kigambo nga tebagonda : era
9 kwebatekerwawo. Naye mwe (muli) gwanga
donde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, ba-
ntu ba nvuma, mulyoke mubulire ebirungi byo-
yo eyabaita okuva mu kizikiza okuingira mu
10 musanagwe ogwekitalo : eda abatali gwanga,
naye kakano (muli) gwanga lya Katonda : aba-
li temusasirwa, naye kakano musasidwa.
11 Abagalwa, mbegairira ngabaise nabatambu-
ze, okwewalanga eri okwegomba kwomubiri oku-
12 lwana nobulamu ; nga mulina empisa zamwe
mu bamawanga enungi, nga bwebabogerako nga-
bakola obubi, olwebikolwa (byamwe) ebirungi
byebalaba balyoke bagulumize Katonda ku luna-
ku olwokulabirwamu.
13 Mugonderenga buli kiragiro kyabantu kubwa
Mukama wafe : oba kabaka nga yasinga bona ;
14 oba abamasaza, nga ye bātuma olwokukangavu-
la abakola obubi, nolwokubasima abakola obulu-
15 ngi. Kubanga Katonda bwayagala bwatyo,
mwe okusirisa obutamanya bwa bantu abasirusi-
16 ru nga mukola obulungi : ngabedembe, so si
ngabalina edembe (lyamwe) olwokukisa obubi,
17 naye ngabadu ba Katonda. Musengamu eki-
tibwa abantu bona. Mwagalenga aboluganda.
Mutyenga Katonda. Musengamu ekitibwa ka-
baka.
18 Abadu, mugonderenga bakama (bamwe) mu
kutya kwona, si balungi boka nabawombefu, naye
19 era nabakambwe. Kubanga kino kye kisimi-
bwa, omuntu bwagumikiriza okulumwa olwoku-

jukira Katonda, ngabonyabonyezebwa awatali
nsonga. Kubanga bwemukola obubi nemuku- 20
bibwa empi, bwemuligumikiriza, tendo ki?
naye bwemukola obulungi nemubonyabonyeze-
bwa, bwemuligumikiriza, ekyo kye kisimibwa
eri Katonda. Kubanga ekyo kyemwaitirwa, 21
kubanga era Masiya yabonyabonyezebwa kulwa-
mwe, ngabalekera ekyokulabirako, mulyoke mu-
goberere ebigerebye: atakola kibi, newakubade 22
obukusa tebwalabika mu kamwake: bweyavu- 23
mibwa, atavuma nate; bweyabonyabonyezebwa,
atakanga; naye yewayo eri oyo asala omusango
ogwensonga: eyetika ye nyini ebibi byafe mu 24
mubirigwe ku muti, fe nga tumaze okufa ku
bibi, tulyoke tubere abalamu eri obutukirivu;
okukubibwa kwoyo kwe kwabawonya. Kuba- 25
nga mwali mukyama ngendiga; naye kakano
mukomyewo eri omusumba era omulabirizi
wobulamu bwamwe.

3.

Bwemutyo, abakazi, mugonderenga babamwe 1
be nyini; era bwewabawo abatakiriza kigambo,
balyoke bafunibwe awatali kigambo olwempisa
zabakazi; bwebalaba empisa zamwe enongofu 2
ezokutya. Obuyonjo bwamwe tebubanga bwa 3
kungulu, obwokuluka enviri nokunanika ezabu
nokwambala engoye; naye omuntu owomwoyo 4
atalabika, mu (kyambalo) ekitayononeka, gwe
mwoyo omuwombefu omutefu, gwe gwomuwe-
ndo omungi mu maso ga Katonda. Kubanga 5
bwebatyo eda era nabakazi abatukuvu, abasubi-
ranga Katonda, bwebeyonjanga, nga bagondera
bababwe be nyini: nga Sala bweyawulira Ibulai- 6
mu, ngamuita omwami: namwe muli bana

boyo, bwemukola obulungi nemutatisibwa ntisa yona yona.

7 Bwemutyo, abasaja, muberenga nabakaźi bamwe namagezi, nga musamu ekitibwa omukazi ngekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika banamwe abekisa ekyobulamu; okusaba kwamwe kuleme okuziizibwa.

8 Ekyenkomerero, mwena mubere nememe emu, abasasiragana, abagalana ngaboluganda, abekisa,
9 abawombefu: abatawalana kibi olwekibi, oba ekivume olwekivume; naye ekitafanana ngebyo, abasabira omukisa; kubanga ekyo kyemwaiti-
10 rwa, mulyoke musikire omukisa. Kubanga

Ayagala okwegomba obulamu,
Nokulaba enaku enungi,
Aziizenga olulimirwe mu bubi,
Nemimwagye gireme okwogera obukusa:
11 Era yewalenga obubi, akole obulungi;
Anonyenga emirembe, agigoberere.
12 Kubanga amaso ga Mukama (gali) ku batukirivu,
Namatuge (gali) eri okusaba kwabwe:
Naye obwenyi bwa Mukama (buli) kwabo abakola obubi.

13 Era ani alibakola obubi, bwemulinyikirira
14 obulungi? Naye newakubade nga mubonyabonyezebwa olwobutukirivu, mulina omukisa: era temutyanga kutisa kwabwe, so temweralikirira-
15 nga; naye mutukuze Masiya mu mitima gyamwe okubera Mukama (wamwe): nga mwetekateka bulijo okudamu buli muntu ababuzanga ensonga eyokusubira okuli mumwe, naye nobuwombefu
16 nokutya: nga mulina omwoyo omulungi; olwebyo byebabogererako obubi, balyoke bakwatibwe ensonyi abavuma empisa zamwe enu-

ngi ezomu Masiya. Kubanga kye kisinga obu- 17
lungi, Katonda bwayagala mu kwagalakwe,
mwe okubonyabonyezebwa nga mukola obulu-
ngi okusinga nga mukola obubi. Kubanga era 18
ne Masiya yabonyabonyezebwa olwebibi omulu-
ndi gumu, omutukirivu olwabatali batukirivu,
atulete eri Katonda; bweya'tibwa omubiri, naye
nazukizibwa omwoyo; era gweyagenderamu 19
nabulira emyoyo (egiri) mu komera, eda aba-
tagonda okugumikiriza kwa Katonda bwekwali 20
nga kulindirira mu naku za Nuwa, eryato bweryali
nga likyasibibwa, ama'zi mwegalokolera (aba-
ntu) si bangi, gye myoyo omunana: era kakano 21
ge gabalokola mwe mu kifananyi ekyamazima,
kwe kubatizibwa, si kugyawo mpitambi za mu-
biri, wabula okudamu okwomwoyo omulungi eri
Katonda, olwokuzukira kwa Isa Masiya, ali ku 22
mukono ogwadyo ogwa Katonda, bweyamala
okugenda mu gulu; bamalaika nabalina obuinza
nabamasaza bwebatekebwa wansiwe.

4.

Kale kubanga Masiya yabonyabonyezebwa 1
mubiri, namwe mwambalenga ebyokulwanyisa
gwe mwoyo ogwo; kubanga abonyabonyezebwa
omubiri ngamaze okuleka ebibi; mulyoke mu- 2
male ebiro (byamwe) ebisigadeyo nga mukyali
mu mubiri, si lwa kwegomba kwa bantu, naye
olwebyo Katonda byayagala. Kubanga ebiro 3
ebyaita byainza okutumala okukola abamawa-
nga byebagala, nokutambula mu bwenzi, okwe-
gomba, okwekamirira omwenge, ebinyumu, obu-
tamivu, nokusinza ebifananyi okwomuzizo:
ebyo bye bibewunyisa kubanga temudukana 4

wamu nabo mu bukaba obutalabwanga bwebu-
5 tyo, nga babavuma: abaliwoza ensonga eri oyo
eyetesetese okusala omusango gwabalamu naba-
6 fu. Kubanga enjiri kyeyava ebulirwa era naba-
fu, balyoke basalirwe omusango ngabantu bwe-
bali mu mubiri, naye babere abalamu nga Kato-
nda bwali mu mwoyo.

7 Naye enkomerero ya byona eri kumpi: kale
8 mwegendereze mutamirukuke olwokusaba: oku-
singa byona nga mulina okwagalana okungi
enyo mweka na mweka: kubanga okwagala ku-
9 bi'ka ku bibi ebingi: nga musembezaganya
10 awatali kwemulugunya: nga buli muntu bwe-
yawebwa ekirabo, nga mukiwereza mweka na
mweka bwemutyo, ngabawanika abalungi abeki-
11 sa kya Katonda ekitali kimu; omuntu yena
bwayogeranga, (ayogere) ngebiragiro bya Kato-
nda bwebiri; omuntu yena bwawerezanga,
(awereze) ngamānyi Katonda gamuwa bwegali:
mu byona Katonda agulumizibwenga kubwa
Isa Masiya, alina ekitibwa nobuinza emirembe
nemirembe. Amina.

12 Abagalwa, temwewunyanga olwokwokebwa
okuli mumwe, okuja gyemuli olwokubakema,
13 ngabalabye ekyekitalo: naye, kubanga musa
kimu mu bibonobono bya Masiya, musanyuke;
era ne mu kubikulibwa kwekitibwakye mulyoke
14 musanyuke nokujaguza. Bwemuvumibwanga
olwerinya lya Masiya, mulina omukisa; kuba-
nga Omwoyo ogwekitibwa era ogwa Katonda
15 atula kumwe. Kubanga omuntu yena kumwe
tabonyabonyezebwanga nga mu'si, oba mu'bi,
oba mukozi wa bubi, oba ake'ta ebya ba'ne:
16 naye (omuntu yena bwabonyabonyezebwa-
nga) nga Omumasiya, takwatibwanga nsonyi;

naye atenderezanga Katonda mu linya eryo.
Kubanga obudde butuse omusango okutanula 17
mu nyumba ya Katonda: kale, obanga gusose gyetuli, enkomerero guliba gutya eri abo abatagondera njiri ya Katonda? Era obanga 18
kizibu omutukirivu okulokoka, atatya Katonda omwononyi alirabika wa? Kale nabo ababonya- 19
bonyezebwanga nga Katonda bwayagala bamuteresenga Omutonzi omwesigwa obulamu bwabwe mu kukola obulungi.

5.

Kale mbabulirira abakadde abali mumwe nze 1
mukadde munamwe era omutegeza webibonobono bya Masiya, era asekimu ekitibwa ekigenda okubikulibwa: mulundenga ekisibo kya Katonda 2
ekiri mumwe, nga mukirabirira si lwa manyi naye lwa kwagala, nga Katonda bwayagala; so si lwa kwegomba amagoba mu bukusa, naye lwa mwoyo; so si ngabefula abami bebyo bye- 3
mwateresebwa, naye nga mubera bya kulabirako eri ekisibo. Era Omusumba omukulu bwalirabi- 4
sibwa. muliwebwa engule eyekitibwa etewotoka. Bwemutyo, abavubuka, mugonderenga abakadde. 5
Era mwena mwesibe obuwombefu, okuwerezagana mweka na mweka: kubanga Katonda aziiza abamalala, naye abawombefu abawa ekisa. Kale 6
mwewombekenga wansi womukono ogwamanyi ogwa Katonda, alyoke abagulumize ngobudde butuse; nga mumusindikiririza ye okweralikirira 7
kwamwe kwona, kubanga ye ateka ku mwoyo 8
ebigambo byamwe. Mutamirukuke, mutunule omulabe wamwe. Setani atambulatambula, ngempologoma ewuluguma, nganonya gwanalya:

9 oyo mumuziizenga (nga muli) banyuwevu mu
kukiriza (kwamwe), nga mumanyi ngebibonobo-
no ebyo bitukirira eri baganda bamwe abali mu-
10 nsi. Era Katonda owekisa kyona, eyabaitira
ekitibwakye ekitagwawo mu Masiya, bwemuli-
mala okubonyabonyezebwako akasera akatono, ye
nyini alibatukiriza, alibanyuweza, alibawa ama-
11 nyi. Oyo awebwe obuinza emirembe nemirembe.
Amina.

12 Mbawere'za ebaluwa mu mikono gya Sirwano
owoluganda omwesigwa, nga bwendowoza, eye-
bigambo ebitono, nga mbabulirira, nembategeza
ngekyo kye kisa ekyamazima ekya Katonda
13 mukinyuwereremu. (Omukyala) ali mu Babulo-
ni mulonde munamwe abalamusi'za; ne Ma'ko
14 omwana wange. Mulamusagane nokunywegera
okwokwagala.

Emirembe gibere namwe mwena abali mu
Masiya.

EBALUWA YA PETERO

EYOKUBIRI ERI EKANISA ZONA.

1.

Simoni Petero, omudu era Omutume wa Isa 1
Masiya, eri abo abafuna okukiriza okwomuwendo
omungi ngafe (bwetwafuna) mu butukirivu bwa
Katonda wafe era Omulokozi wafe Isa Masiya;
ekisa nemirembe byeyongere gyemuli mu kute- 2
gerera dala Katonda ne Isa Mukama wafe; ku- 3
banga obuinza bwobwakatondabwe bwatuwa
byona ebyobulamu nebyokutya Katonda, olwo-
kutegerera dala oyo eyatuita olwekitibwa nobu-
lungibwe ye; ebyatuwesa ebisubizibwa ebyomu- 4
wendo omungi ebinene enyo; olwebyo mulyoke
musekimu obuzaliranwa bwa Katonda, bwemwa-
wona okuva mu kuzikirira okuli munsi olwo-
kwegomba. Naye era olwekyo kye nyini bwe- 5
muleta kulwamwe okufuba kwona, ku kukiriza
kwamwe mwongereko obulungi, era ne ku bulu-
ngi bwamwe okutegera; era ne ku kutegera 6
(kwamwe) okwegendereza; era ne ku kwegende-
reza (kwamwe) okugumikiriza; era ne ku
kugumikiriza (kwamwe) okutya Katonda; era 7
ne ku kutya Katonda (kwamwe) okwagala
aboluganda; era ne ku kwagala aboluganda
(kwamwe) okwagala. Kubanga bwemuba nebyo 8
nebiba ebingi, bibafula abatali bagayavu naba-

bala ebibala olwokutegerera dala Mukama wafe
9 Isa Masiya. Kubanga ataba nebyo ye muzibe
wamaso, awunawuna, bweyerabira okunazibwa-
10 ko ebibibye ebyeda. Kale, aboluganda, kyemu-
navanga mweyongera obweyongezi okufuba
okunyuweza okuitibwa kwamwe nokulondebwa :
kubanga ebyo bwemunabikolanga, temulyesitala
11 na katono : kubanga bwekityo tewalibulawo
bugaga mu kuingira kwamwe mu bwakabaka
obutagwawo obwa Mukama wafe era Omulokozi
wafe Isa Masiya.
12 Kyenavanga njagala enaku zona okubajukiza
ebyo newakubade nga mubimanyi nemunyuwe-
13 rera mu mazima gemulina. Era ndowoza nga
kya nsonga, nga nkyali mu nsisira eno, okuba-
14 kubirizanga nga mbajukiza; nga manyi nga
nditera okwambula amangu ensisira yange, era
nga Mukama wafe Isa Masiya bweyantegeza.
15 Naye era ndifuba okubainzisa buli kasera nga
16 maze okufa okujukiranga ebyo. Kubanga tetwa-
goberera ngero ezagunjibwa namagezi bwetwa-
bategeza obuinza nokuja kwa Mukama wafe Isa
Masiya, naye twalaba namaso gafe obukulubwe.
17 Kubanga yawebwa Katonda Kitafe etendo ne-
kitibwa, edobozi bweryava mu kitibwa ekimasa-
masa nerija gyali bweriti nti Ono ye Mwana
18 wange omwagalwa, gwensanyukira enyo : nedo-
bozi eryo fe netuliwulira nga liva mu gulu, bwe-
19 twali awamu naye ku lusozi olutukuvu. Era
ekisinga obunyuwevu tulina ekigambo kya ba-
nabi ; mukola bulungi okukiraba ekyo, ngetaba-
za eyakira mu kifo ekyekizikiza, okutusa obude
bwebulikya emunyenye ekesa obude neyaka
20 mu mitima gyamwe : nga mumaze okutegera
kino, nti buli kigambo ekya banabi ekya-

wandikibwa tekitegeza kukoma kwoyo yéka.
Kubanga siwali kigambo kya banabi ekyali ki- 21
retedwa mu kwagala kwabantu: naye abantu
bayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwati-
dwa Omwoyo Omutukuvu.

2.

Naye era newabawo ne banabi bobulimba mu 1
gwanga, era nga ne mumwe bwewaliba abaigiri-
za bobulimba, abaliingiza mu nkiso obukyamu
obuzikiriza, era nga begana ne Mukama (wabwe)
eyabagula, nga beretera okuzikirira okwangu.
Era bangi abaligoberera obukaba bwabwe; aba- 2
livumisa ekubo eryamazima. Era mu kwego- 3
mba balibavisamu amagoba nebigambo ebyagu-
njibwa: omusango gwabo okuva eda tegulwa,
nokuzikirira kwabwe tekubongota. Kuba oba- 4
nga Katonda teyasonyiwa bamalaika bwebayo-
nona, naye nabasula mu lukonko nabawayo eri
ebinya ebyekizikiza, okubakumira omusango; era 5
natasonyiwa nsi eyeda, naye nawonya Nuwa,
omubulizi wobutukirivu, ne ba'ne omusanvu bo-
ka, bweyaleta amataba kunsi eyabatatya Ka-
tonda: (era) bweyasirisa ebibuga Sodoma ne 6
Gomola nabisalira omusango ngabizikiriza nga-
sawo ekyokulabirako eri abo abagenda obutatya
Katonda; (era) nalokola Luta omutukirivu, 7
bweyali nga yeralikirira nyo olwempisa ezobu-
kaba ezababi [kubanga omuntu oyo omutukirivu, 8
bweyatula mubo, olwokulaba nolwokuwulira
yabonyabonyezebwa omwoyogwe omutukirivu
bulijo bulijo olwebikolwa byabwe ebyobujemu]:
Mukama (wafe) amanyi okulokola abatya Kato- 9
nda mu kukemebwa, nokukuma abatali batuki-

rivu nga babonerezebwa okutusa ku lunaku
10 olwomusango; naye okusinga bona abatambula
okugoberera omubiri mu kwegomba okwobu-
gwagwa nebanyoma okufugibwa. Abatatya, aba-
kakanyavu, tebakankana kuvuma ba kitibwa:
11 naye bamalaika, newakubade nga be basinga
amanyi nobuinza, tebabaletako musango gwa
12 buvumi eri Mukama (wafe). Naye abo, ngenso-
lo ezitalina magezi ezizalibwa ensolo obusolo
ezokukwatibwa nokuzikirizibwa, abavuma mu
bigambo byebatategera, mu kuzikirira kwabwe
13 tebalirema kuzikirizibwa, nga bononebwa, ye
mpera eyokwonona; abalowoza ebinyumu bye-
misana nga sanyu, mabala nobwononefu, abati-
guka mu mbaga zabwe ezokwagalana nga balya
14 embaga awamu namwe: nga balina amaso aga-
jude obwenzi, agataleka kwonona; nga basenda-
senda emyoyo egitali minyuwevu; nga balina
omutima ogwamanyira okwegomba; abana abo-
15 kukolimirwa; abaleka ekubo egolokofu nebakya-
ma, nga bagoberera ekubo lya Balamu (omwana)
wa Beola, eyayagala empera eyobutali butukiri-
16 vu; naye nanenyezebwa olwobujemubwe ye:
endogoi eteyogera bweyayogera nedobozi byo-
17 muntu yaziiza edalu lya nabi. Abo ze nzi'zi
ezitalimu ma'zi, era lwe lufu olutwalibwa ne-
mbuyaga, abakumirwa ekizikiza ekikute zigizigi.
18 Kubanga, bwebogera ebigambo ebikulu enyo
ebitalimu, basendasenda mu kwegomba kwomu-
biri, mu bukaba, abo abali okumpi nokubaduka
19 abatambula mu bukyamu; nga babasubiza (oku-
webwa) edembe, nga bo be nyini badu ba kuzi-
kirira; kubanga omuntu bwawangulibwa mune,
20 era abera muduwe. Kuba obanga bwebamala
okuduka okuva mu bugwagwa bwensi mu kute-

gerera dala Mukama wafe era Omulokozi Isa Masiya, naye nebegombeza mwobwo omulundi ogwokubiri nebawangulibwa, ebyoluvanyuma byabwe bisinga obubi ebyoluberyeberye. Kubanga kyandibade kirungi gyebali singa tebategera kubo lya butukirivu, okusinga, bwebamala okulitegera, okuda enyuma okuleka ekiragiro ekitukuvu kyebawebwa. Kyabatukirira ngolugero olwamazima bweruli, nti Embwa edide ebisesemye byayo, nembi'zi enazibwa (edide) okwekulukunya mu bitosi.

21 22

3.

Abagalwa, kakano eno ye baluwa eyokubiri gyembawandikira; mwezo zombi mbakubiriza amagezi gamwe agatalimu bukusa nga mbajukiza; okujukiranga ebigambo ebyayogerwa eda banabi abatukuvu, nekiragiro kya batume bamwe ekya Mukama wafe era Omulokozi: nga mumaze okusoka okutegera kino, nga mu naku ezoluvanyuma abasekerezi balija nokusekerera, nga batambula okugoberera okwegomba kwabwe bo nebogera nti Okusubiza kwokujakwe kuliruwiwa? kubanga, bajaja (bafe) kasokede bebaka, byona bibera bwebityo (nga bwebyali) okuva ku kutondebwa. Kubanga berabira kino nga balaba, ngeda waliwo egulu, nensi eyava mu ma'zi era (yali) wakati mu ma'zi, olwekigambo kya Katonda, ensi eyeda ama'zi kyegava gagisanyawo nezikirira: naye egulu erya kakano nensi olwekigambo ekyo biterekedwa omuliro, nga bikumibwa okutusa ku lunaku olwomusango nokuzikirira kwabantu abatatya Katonda.

1 2 3 4 5 6 7

Naye kino kimu temukyerabiranga, abagalwa, ngeri Mukama (wafe) olunaku olumu (luli)

8

ngèmyaka olukumi, nemyaka olukumi (giri)
9 ngolunaku olumu. Mukama wafe talwisa
kyeyasubiza, ngabalala bwebalowoza okulwa;
naye agumikiriza gyemuli, nga tayagala muntu
yena kubula, naye bona batuke okwenenya.
10 Naye olunaku lwa Mukama (wafe) lulija nga
mu'bi; egulu lweririvawo nokuwuma okunene
nebintu ebyobuwangwa birisanuka olwokwoke-
bwa okungi, nensi nebikolwa ebigirimu birisi-
11 ri'ka. Ebyo byona bwebigenda okusanuka bwe-
bityo, mugwanide kubera mutya mu mpisa entu-
12 kuvu nokutya Katonda, nga musubira nga
mwegomba nyo olunaku lwa Katonda okutuka,
olulisanusisa egulu nga lyokebwa, nebintu ebyo-
buwangwa nebisebengerera olwokusiri'zibwa oku-
13 ngi? Naye nga bweyasubiza tusubira egulu
erigya nensi empya, obutukirivu mwebutula.
14 Kale abagalwa, kubanga musubira ebyo, mu-
fube okusangibwa mu mirembe nga temulina
15 bala newakubade omusango mu masoge. Era
mulowoze ngokugumikiriza kwa Mukama wafe
bwe bulokozi, era nga muganda wafe omwaga-
lwa Paulo mu magezi geyawebwa bweyabawa-
16 ndikira; era nga mu baluwaze zona, ngayogera
kwebyo mwezo; omuli ebimu ebizibu okutegera,
abatamanyi nabatali banyuwevu byebanyola, era
nga nebyawandikibwa ebirala, olwokuzikirira
17 kwabwe bo. Kale, abagalwa, kubanga musose
okutegera, mwekumanga muleme okugwa okuva
mu bunyuwevu bwamwe mwe nga mutwalibwa
18 obukyamu bwababi. Naye mukulire mu kisa
ne mu kutegera Mukama wafe era Omulokozi
Isa Masiya. Oyo awebwe ekitibwa kakano era
nokutusa ku lunaku olwemirembe nemirembe.
Amina.

EBALUWA YA YOKANA

EYOLUBẸRYEBERYE ERI EKANISA ZONA.

1.

EKYABAWO okuva ku luberyeberye, kyetwa- 1
wulira, kyetwalaba namaso gafe, kyetwatunulira,
era engalo zafe kyezakwatako, ebya Kigambo
ekyobulamu [nobulamu bwalabisibwa, netulaba, 2
era tutegeza, era tububulira mwe obulamu obwo
obutagwawo, obwabawo awali Kitafe nebulabisi-
bwa gyetuli]; kyetwalaba netuwulira, kyetuba- 3
bulira namwe, namwe mulyoke musekimu nafe;
era naye okusekimu kwafe kuli ne Kitafe era
Nomwanawe Isa Masiya; nebyo tubiwandika 4
fe, esanyu lyafe liryoke litukirire.

Ne kino kye kigambo kyetwawulira ekyava 5
muye era kyetubabulira mwe, nga Katonda gwe
musana, so muye ekizikiza temuli na katono.
Bwetwogera nga tusa kimu naye netutambulira 6
mu kizikiza, tulimba netutakola mazima; naye 7
bwetutambulira mu musana, nga ye bwali mu
musana, tusa kimu feka na feka, nomusai gwa
Isa Omwanawe gutunazako ekibi kyona. Bwe- 8
twogera nga tetulina kibi, twekyamya feka,
songa namazima tegali mufe. Bwetwatula ebibi 9
byafe, ye wa mazima era omutukirivu okutu-
sonyiwa ebibi byafe, nokutunazako byona ebitali

10 bya butukirivu. Bwetwogera nga tetwononaŋga, tumufula mulimba, songa nekigambokye tekiri mufe.

2.

1 Bana bange abato, mbawandikide ebyo muleme okukola ekibi. Era omuntu yena bwakola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitafe, Isa Masiya
2 omutukirivu: noyo gwe mutango olwebibi byafe; so si lwa bibi byafe feka, era naye nolwensi
3 zona. Era ku kino kwetutegerera nga tumute-
4 gede, kubanga tukwata ebiragirobye. Ayogera nti Mutegede, natakwata biragirobye, ye muli-
5 mba, namazima tegali mwoyo; naye buli akwata ekigambokye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutukirizibwa mwoyo. Ku kino
6 kwetutegerera nga tuli muye: ayogera ngabera muye kimugwanira naye ye nyini okutambula era ngoyo bweyatambula.
7 Abagalwa, sibawandikira kiragiro kigya, wabula ekiragiro ekyeda, kyemwalina okuva ku luberyeberye; ekiragiro ekyo ekyeda kye kiga-
8 mbo kyemwawulira. Nate mbawandikira ekiragiro ekigya, ekigambo ekyamazima muye ne mumwe; kubanga ekizikiza kigwawo, nomusana
9 ogwamazima kakano gwaka. Ayogera ngali mu musana nakyawa mugandawe, ngakyali mu
10 kizikiza ne kakano. Ayagala mugandawe abera
11 mu musana, songa nekisitaza tekiri muye. Naye akyawa mugandawe ali mu kizikiza, era atambulira mu kizikiza, songa tamanyi gyagenda, kubanga ekizikiza kyamuziba amaso.
12 Mbawandikira mwe, abana abato, kubanga
13 ebibi byamwe bibasonyidwa olwerinyalye. Mba-

wandikira mwe, abakade, kubanga mutegede oyo eyabawo okuva ku luberyeberye. Mbawandikira mwe, abavubuka, kubanga muwangude omubi. Mbawandikide mwe, abana abato, kubanga mutegede Kitafe. Mbawandikide mwe, 14
abakade, kubanga mutegede oyo eyabawo okuva ku luberyeberye. Mbawandikide mwe, abavubuka, kubanga mulina amanyi, nekigambo kya Katonda kibera mumwe, era muwangude omubi. Temwagalanga nsi newakubade ebiri munsi. 15
Omuntu yena bwayagala ensi, okwagala kwa Kitafe tekuba muye. Kubanga buli ekiri munsi, 16
okwegomba kwomubiri, nokwegomba kwamaso, nokwegulumiza kwobulamu okutalimu, tebiva eri Kitafe, naye biva eri ensi. Era ensi egwawo, 17
nokwegomba kwayo; naye akola Katonda byayagala aberera emirembe egitagwawo.

Abana abato, kye kisera ekyenkomerero, era 18
nga bwemwawulira ngomulabe wa Masiya ngaja, ne kakano waliwo abalabe ba Masiya bangi; kyetuva tutegera nga kye kisera ekyenkomerero. Bava mufe, naye tebali bewafe; kuba singa 19
bali bewafe, bandibade wamu nafe; naye batuvamu era balabisibwe bona nga si bewafe. Na- 20
mwe mufukibwako amafuta eri Omutukuvu, era mumanyi byona. Sibawandikide kubanga 21
temumanyi mazima, naye kubanga mugamanyi, era kubanga tewali bulimba obuva mu mazima. Omulimba yani wabula oyo agana nga Isa siye 22
Masiya? Oyo ye mulabe wa Masiya, agana Kitafe Nomwana. Buli muntu yena agana 23
Omwana, ne Kitafe nga talinaye; ayatula Omwana, ne Kitafe alinaye. Mwe kyemwawu- 24
lira okuva ku luberyeberye kibere mumwe. Kyemwawulira okuva ku luberyeberye bwekinabe-

ranga mumwe, namwe munaberanga mu Mwana
25 ne mu Kitafe. Na kuno kwe kusubiza kweya-
26 tusubiza, obulamu obutagwawo. Ebyo mbawandikide mu bigambo byabo ababakyamya.
27 Namwe okufukibwako amafuta kwemwawebwa ye kubera mumwe, so temwetaga muntu yena okubaigirizanga; naye ngokufukakwe okwamafuta bwekubaigiriza mu bigambo byona, era kwa mazima so si bulimba, era nga bwekwabai-
28 giriza, mubere muye. Ne kakano, abana abato, mubere muye; bwalirabisibwa tulyoke tubere nobugumu, era ensonyi zireme okutukwata mu
29 masoge mu kujakwe. Obanga mumanyi nga mutukirivu, era mutegera nga buli muntu yena akola obutukirivu yazalibwa ye.

3.

1 Mulabe okwagala bwekuli okunene Kitafe kweyatuwa, fe okuitibwa abana ba Katonda; era bwetuli. Ensi kyeva erema okututegera,
2 kubanga teyamutegera ye. Abagalwa, kakano tuli bana ba Katonda, so tekinalabisibwa kyetuliba. Tumanyi nti bwalirabisibwa tulifanana
3 nga ye; kubanga tulimulaba nga bwali. Era buli muntu yena alina esubi eryo muye yetukuza
4 ngoyo bwali omutukuvu. Buli muntu yena akola ekibi, akola nobujemu; era ekibi bwe
5 bujemu. Era mumanyi ngoyo yalabisibwa era
6 agyewo ebibi; ne muye temuli kibi. Buli muntu yena abera muye takola kibi: buli muntu yena akola ekibi nga tamulabangako, so
7 tamutegera. Abana abato, omuntu yena tabakyamyanga; akola obutukirivu ye mutukirivu,
8 nga ye bwali omutukirivu; akola ekibi wa Se-

tani; kubanga okuva ku luberyeberye Setani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setani. Buli 9
muntu yena eyazalibwa Katonda takola kibi, kubanga ensigoye ebera muye; so tainza kukola kibi, kubanga yazalibwa Katonda. Ku kino 10
abana ba Katonda nabana ba Setani kwebalabikira: buli muntu yena atakola butukirivu si wa Katonda, newakubade atayagala mugandawe. Kubanga kino kye kigambo kyemwawulira 11
okuva ku luberyeberye fe okwagalana: si nga 12
Kaini bweyali owomubi na'ta mugandawe. Era kyeyava amu'ta lwaki? kubanga ebikolwabye byali bibi, nebya mugandawe bitukirivu.

Temwewunya, aboluganda, Ensi bwebakya- 13
wanga. Fe tumanyi nga twava mu kufa netui- 14
ngira mu bulamu, kubanga twagala aboluganda. Atayagala abera mu kufa. Buli muntu yena 15
akyawa mugandawe ye musi; era mumanyi nga tewali musi alina obulamu obutagwawo nga bubera muye. Ku kino kwetutegerera okwagala, 16
kubanga oyo yawayo obulamubwe kulwafe: nafe kitugwanira okuwayo obulamu bwafe kulwaboluganda. Naye buli alina ebintu ebyomu- 17
nsi, natunulira mugandawe nga yetaga, namugalirawo ememeye, okwagala kwa Katonda kubera kutya muye? Abana abato, tuleme 18
okwagala mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima. Ku kino kwetuli- 19
tegerera nga tuli ba mazima netukakanya omutima gwafe mu masoge, mu buli kigambo omu- 20
tima gwafe kyegutusalira okutusinga; kubanga Katonda asinga obukulu omutima gwafe, era ategera byona. Abagalwa, omutima bwegutu- 21
tusalira kutusinga, tuba nobugumu eri Katonda;

22 era buli kyetusaba tukiwebwa ye, kubanga tukwata ebiragirobye era tukola ebisimibwa mu
23 masoge. Na kino kye kiragirokye, tukirize erinya Lyomwanawe Isa Masiya, era twagalane,
24 nga bweyatuwa ekiragiro. Era akwata ebiragirobye abera muye, naye muye. Era ku kino kwetutegerera ngabera mufe, Olwomwoyo gweyatuwa.

4.

1 Abagalwa, temukirizanga buli mwoyo, naye mukemenga emyoyo, obanga gyava eri Katonda: kubanga banabi abobulimba bangi abafuluma
2 munsi. Mutegererenga ku kino Omwoyo gwa Katonda: buli mwoyo ogwatula nga Isa Masiya
3 yaja mu mubiri nga guvude eri Katonda: na buli mwoyo ogutayatula Isa nga teguvude eri Katonda: era ogwo gwe mwoyo gwomulabe wa Masiya, gwemwawulira nga guja, era kakano
4 gumaze okuba munsi. Mwe muli ba Katonda, abana abato, era mwabawangula: kubanga ali
5 mumwe asinga obukulu ali munsi. Abo ba nsi:
6 kyebava bogera ebyensi, nensi nebawulira. Fe tuli ba Katonda; ategera Katonda atuwulira fe; atali wa Katonda tatuwulira. Kwekyo kwetutegerera omwoyo ogwamazima nomwoyo ogwobukyamu.

7 Abagalwa, twagalane: kubanga okwagala kuva eri Katonda; na buli muntu yena ayagala yaza-
8 libwa Katonda era ategera Katonda. Atayagala tategera Katonda; kubanga Katonda kwagala.
9 Ku kino okwagala kwa Katonda kwekwalabisibwa gyetuli, kubanga Katonda yatuma munsi Omwanawe eyazalibwa omu tulyoke tube abala-
10 mu kubwoyo. Mu kino mwe muli okwagala,

si nga fe twayagala Katonda, naye nga ye yatwagala fe, natuma Omwanawe (okuba) omutango olwebibi byafe. Abagalwa, Katonda bweyatwagala bwatyo, nafe kitugwanira okwagalana. Tewali eyali alabye ku Katonda wonawona: bwetwagalana, Katonda abera mufe, nokwagalakwe nga kitukiride mufe: ku kino kwetutegerera nga tubera muye, naye mufe, kubanga yatuwa ku Mwoyogwe. Nafe twalaba era tutegeza nga Kitafe yatuma Omwanawe (okuba) Omulokozi Wensi. Buli ayatula nga Isa ye Mwana wa Katonda, Katonda abera muye, naye mu Katonda. Nate twategera era twakiriza okwagala Katonda kwalina gyetuli. Katonda kwagala; naye abera mu kwagala abera mu Katonda, ne Katonda abera muye. Mwekyo okwagala mwekitukirizibwa gyetuli, tubere nobugumu ku lunaku olwomusango; kuba ye nga bwali, nafe bwetuli munsi muno. Temuli kutya mu kwagala, naye okwagala okutukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezebwa; noyo atya tanatukirizibwa mu kwagala. Fe twagala, kubanga ye yasoka okutwagala fe. Omuntu bwayogera nti Njagala Katonda, nakyawa mugandawe, mulimba; kubanga atayagala mugandawe gweyali alabye, Katonda gwatalabangako tainza kumwagala. Era tulina ekiragiro kino ekyava gyali, ayagala Katonda ayagalenga ne mugandawe.

11 12 13 14 15 16 17 18 19 20 21

5.

Buli muntu yena akiriza nga Isa ye Masiya, ngazalidwa Katonda: na buli ayagala eyazala ayagala noyo gweyazala. Kwekyo kwetutege-

1 2

rera nga twagala abana ba Katonda, bwetwagala
3 Katonda netukola ebiragirobye. Kubanga kuno
kwe kwagala kwa Katonda fe okukwatanga ebi-
4 ragirobye: era ebiragirobye tebizitowa. Kuba-
nga buli ekyazalibwa Katonda kiwangula Ensi;
era kuno kwe kuwangula okwawangula Ensi,
5 okukiriza kwafe. Era awangula Ensi yani,
wabula akiriza nga Isa ye Mwana wa Katonda?
6 Oyo ye yaja nama'zi nomusai, Isa Masiya; si
na ma'zi gali goka, naye nama'zi gali nomusai
7 guli. Era Omwoyo yategeza, kubanga Omwoyo
8 ge mazima. Kubanga abategeza basatu, Omwo-
yo nama'zi nomusai; era abasatu abo bagendera
9 wamu. Bwetukiriza okutegeza kwabantu, oku-
tegeza kwa Katonda kwe kusinga obukulu:
kubanga okutegeza kwa Katonda kwe kuno nti
10 ategezeza Ebyomwanawe. Akiriza Omwana wa
Katonda alina okutegeza muye; atakiriza Kato-
nda ngamufude mulimba; kubanga takiriza
kutegeza Katonda kwategezeza Ebyomwanawe.
11 Era okutegeza kwe kuno nti Katonda yatuwa
obulamu obutagwawo, era obulamu obwo buli
12 mu Mwanawe. Alina Omwana alina obulamu;
atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.
13 Ebyo mbiwandikide mwe, mumanye nga mu-
lina obulamu obutagwawo, mwe abakiriza erinya
14 Lyomwana wa Katonda. Era buno bwe bugumu
bwetulina eri ye, nti bwetusaba ekintu nga bwa-
15 yagala, ątuwulira: era bwetumanya ngatuwulira
buli kyetusaba, tumanyi nga tulina ebyo byetu-
16 musabye. Omuntu yena bwalaba mugandawe
ngakola ekibi ekitali kya kufa, alisaba, ne
Katonda alimuwera obulamu abo abakola ekibi
ekitali kya kufa. Waliwo ekibi ekyokufa: ekyo
17 si kyenjogerako okukyegairirira. Buli ekitali

kya butukirivu kibi : era waliwo ekibi ekitali kya kufa.

Tumanyi nga buli muntu yena eyazalibwa 18
Katonda takola kibi ; naye eyazalibwa Katonda amukuma, omubi natamukomako. Tumanyi 19
nga tuli ba Katonda, Nensi yona eri mu mubi. Era tumanyi nga Omwana wa Katonda yaja 20
natuwa amagezi nokutegera tutegera owamazima, era tuli mwoyo owamazima, mu Mwanawe Isa Masiya. Oyo ye Katonda owamazima, nobulamu obutagwawo. Abana abato, mwekume eri ebi- 21
fananyi.

EBALUWA YA YOKANA

EYOKUBIRI.

1 Nze omukade mpandikira omukyala omulo-
nde nabanabe nze benjagala mu mazima; so si
nze nzeka, era naye ne bona abategera amazima;
2 olwamazima agabera mufe, era agalibera nafe
3 emirembe nemirembe: ekisa, okusasira, emirembe
ebiva eri Katonda Kitafe neri Isa Masiya Omwa-
na wa Kitafe, biribera nafe mu mazima nokwa-
gala.
4 Nsanyuse nyo kubanga nasanga abamu ku
banabo nga batambulira mu mazima, nga bwe-
5 twawebwa Kitafe ekiragiro. Era kakano nkwe-
gairira, omukyala, si nga nkuwandikira kiragiro
kigya wabula kyetwalina okuva ku luberyeberye,
6 twagalanenga feka na feka. Na kuno kwe kwa-
gala okutambulira mu biragirobye. Ekyo kye
kiragiro, nga bwemwawulira okuva ku luberye-
7 berye mulyoke mukitambuliremu. Kubanga
abalimbalimba bangi abafuluma munsi, abataya-
tula Isa Masiya ngaja mu mubiri. Oyo ye muli-
8 mbalimba oli era omulabe oli owa Masiya. Mwe-
kume muleme okubulwa emirimu gyetwakola,
9 naye muwebwe empera enamba. Buli muntu
aitirira natabera mu kuigiriza kwa Masiya talina
Katonda: abera mu kuigiriza okwo, oyo alina
10 Kitafe era Nomwana. Omuntu yena bwajanga
gyemuli nataleta kuigiriza okwo temumusembe-

zanga mu nyumba, so temumulamusanga: kubanga amulamusa asekimu (naye) mu bikolwabye ebibi. 11

Newakubade nga nina ebigambo bingi okubawandikira, sagala kubabiwandikira ku lupapula nebuino: naye nsubira okuja gyemuli, nokwogera akamwa nakamwa, esanyu lyamwe liryoke litukirire. 12 Abana ba mwanyoko omulonde bakulamusiza. 13

EBALUWA YA YOKANA

EYOKUSATU.

1 Nze omukade mpandikira Gayo omwagalwa,
gwenjagala mu mazima.
2 Omwagalwa, nsaba obere bulungi mu bigambo
byona era obere nobulamu, ngobulamubwo bwe-
3 bubera obulungi. Kubanga nasanyuka nyo abo-
luganda bwebaja nebategeza amazimago, nga
4 gwe bwotambulira mu mazima. Sirina sanyu
lingi erisinga lino, okuwulira abana bange nga
batambulira mu mazima.
5 Omwagalwa, gya bwesigwa emirimugyo gyona
6 gyona gyokolera aboluganda era abagenyi; abā-
tegeza okwagalakwo mu maso gekanisa: abo
bwonobatambuzanga nga Katonda bwasanira,
7 onokolanga bulungi: kubanga bavayo Olwerinya
8 nga tebaweredwa kintu ba mawanga. Kale kitu-
gwanide okubasembeza abali ngabo tulyoke tu-
kole omulimu gumu namazima.
9 Nawandikira ekanisa ekigambo: naye Dioto-
refe ayagala okubera omukulu wabwe tatukiriza.
10 Bwendija kyendiva njijukiza (abantu) ebikolwa-
bye byakola ngayogera kufe ebigambo ebibi ebi-
talimu: so ebyo tebimumala, naye era ye nyini
tasembeza ba luganda, era nabagala (okubasembe-
11 za) abaziiza nabagoba mi kanisa. Omwagalwa,
togobereranga kibi, wabula ekirungi. Akola

obulungi ye wa Katonda: akola obubi nga tala-
banga Katonda. Demeterio asimibwa bona, era 12
namazima ge nyini: era nafe tutegeza; nawe
omanyi ngokutegeza kwafe kwa mazima.

Nalina ebigambo bingi okukuwandikira, naye 13
sagala kukuwandikira na buino na kalamu: naye 14
nsubira okukulaba amangu, tulyogera akamwa
nakamwa. Emirembe (gibe) gyoli. Abomu-
kwano bakulamusi'za. Balamuse abomukwano
ngamanya (gabwe) bwegali.

EBALUWA YA YUDA

ERI EKANISA ZONA.

1 Yuda, omudu wa Isa Masiya, era muganda wa
Yakobo, eri abo abaitibwa abayagalwa mu Ka-
tonda Kitafe, era abakumirwa Isa Masiya: oku-
2 sasira nemiremhe nokwagala byongerweko gye-
muli.
3 Abagalwa, bwenali nga nfuba okubawandikira
ebyobulokovu bwafe fena, nawalirizibwa okuba-
wandikira okubabulirira okuwakanira enyo oku-
kiriza abatukuvu kwebawebwa omulundi ogumu.
4 Kubanga waliwo abantu abaingira nga basensera
abawandikirwa eda omusango guno, abatatya
Katonda, abakyusa ekisa kya Katonda wafe
okuba okukaba, nebegana Isa Masiya, ye Mwami
ye Mukama wafe omu yeka.
5 Naye njagala okubajukiza, newakubade nga
byona mwabimanya omulundi gumu, nga Mu-
kama, bweyamala okulokola abantu munsi Ye-
misiri, oluvanyuma nabazikiriza abatakiriza.
6 Ne bamalaika abatakuma bukulu bwabwe bo,
naye nebaleka ekifo kyabwe bo be nyini, aba-
kumira mu njegere ezenaku zona wansi wekizi-
7 kiza olwomusango ogwokulunaku olukulu. Nga
Sodoma ne Gomola nebibuga ebyaliranawo,
bwebyayendera dala okwenkana nabo nebikya-
8 ma okugoberera omubiri omulala, byafekebwawo
okuba ekyokulabirako, nga bibonerezebwa no-

musango ogwomuliro ogutagwawo. Naye era
benkana nabo mu kulótalota kwabwe nga basiga
omubiri empitambi era bagana obukulu, era
bavuma abekitibwa. Naye Mikaeri, malaika 9
omukulu, bweyayomba ne Setani nayogera naye
olwomubiri gwa Musa, teyayang'anga kumule-
tako musango gwa kuvuma, naye yagamba nti
Mukama akunenye. Naye abo byebatamanya 10
byona babivuma: byebamanya mu buzaliranwa
ngensolo ezitalina magezi mwebyo bazikirira.
Zibasanze! kubanga batambulira mu kubo lya 11
Kaini, nebadukanira mu kukyama kwa Balamu
olwempera, nebabulira mu kuwakana kwa Kola.
Bano ge mainja agatalabika mu mbaga zamwe 12
ezokwagalana bwebalya namwe, abasumba abe-
runda boka awatali kutya; ebire ebitalimu
ma'zi nga bitwalibwa nempewo; emiti egiwatula,
egitalina bibala, egyafa awabiri, egyakulibwa
nemizi; amayengo agomunyanja agefukula, aga- 13
bimba ejovu ze nsonyi zabwe bo; emunyenye
ezikyama eziterekedwa ekizikiza ekikute enyo
emirembe nemirembe. Era abo yabalagulako 14
Enoka, owomusanvu okuva ku Adamu, ngayo-
gera nti Laba, Mukama yaja nabatukuvube ka-
kumi, okuleta omusango ku bona, nokubasinza 15
omusango bona abatatya Katonda olwebikolwa
byabwe byona byebakolera mu butatya Katonda,
nolwebigambo byabwe byona ebikakanyavu
abononyi abatatya Katonda byebamwogeranga-
ko. Abo be bemulugunya, be banyiga, abata- 16
mbula ngokwegomba kwabwe bwekuli [nakamwa
kabwe kogera ebigambo ebiinga okukulumbala],
nga basamu abantu ekitibwa olwamagoba.

Naye mwe, abagalwa, mujukirenga ebigambo 17
ebyayogerwa eda abatume ba Mukama wafe Isa

18 Masiya; bwebabagamba nti Mu biro ebyoluva-
nyuma walibawo abasekerezi abatambula ngo-
kwegomba kwabwe bo bwekuli okwobutatya
19 Katonda. Abo be baleta okwawula, abomubiri,
20 abatalina Mwoyo. Naye mwe, abagalwa, bwe-
mwezimba ku kukiriza kwamwe okutukuvu enyo,
21 nga musaba mu Mwoyo Omutukuvu, mwekume
mu kwagala kwa Katonda, nga mulindirira
okusasira kwa Mukama wafe Isa Masiya olwo-
22 bulamu obutagwawo. Era abalala mubasasire
23 ababusabusa; era abalala mubalokole, nga mu-
bakwakula okubagya mu muliro; era abalala
mubasasire mu kutya; nga mukyawa nekya-
mbalo ekyasigibwa amabala omubiri.

24 Naye oyo ainza okubakuma obutesitala, noku-
baimiriza mu maso gekitibwakye nga temu-
25 liko bulema mu kujaguza, Katonda omu yeka
Omulokozi wafe, kubwa Isa Masiya Mukama
wafe, (awebwe) ekitibwa, obukulu, amanyi no-
buinza, eda neda ngemirembe nemirembe tegi-
nabawo, kakano era nemirembe egitagwawo.
Amina.

OKUBIKULIRWA

KWA YOKANA ATEGEZA EBYA KATONDA.

1.

Okubikulirwa kwa Isa Masiya Katonda kwe- 1
yamuwa okulaga abadube ebigwanira okubawo amangu: nabulirira mu malaikawe ngamutuma
eri omuduwe Yokana, eyategeza ekigambo kya 2
Katonda nokutegeza kwa Isa Masiya, byona byeyalaba. Alina omukisa oyo asoma, nabo 3
abawulira ebigambo byobunabi buno, era nabakwata ebiwandikidwa mubwo: kubanga ekisera kiri kumpi.

Yokana eri ekanisa omusanvu ezomu Asiya: 4
ekisa (kibere) namwe nemirembe ebiva eri oyo abawo era eyabawo era aja (okubawo); era (ebiva) eri emyoyo omusanvu egiri mu maso gentebeye; era (ebiva) eri Isa Masiya, omujulirwa 5
omwesigwa, omuberyeberye wabafu, era afuga bakabaka abomunsi. Atwagala, era eyatusumulula mu bibi byafe olwomusaigwe; era natufula 6
obwakabaka, bakabona eri Katonda Kitawe; ekitibwa nobuinza bibere eri oyo emirembe nemirembe. Amina. Laba, aja nebire; era buli 7
liso lirimulaba, nabo abamufumita; nebika byona ebyomunsi birimukubira ebiwobe. Wewawo, Amina.

Nze ndi Alufa ne Omega, bwayogera Muka- 8

ma Katonda abawo era eyabawo era aja (okubawo), Omuinza webintu byona.

9 Nze Yokana muganda wamwe era asekimu mu kubonabona ne mu bwakabaka ne mu kugumikiriza (ebiri) mu Isa, nali ku kizinga ekiitibwa Patimo, olwekigambo kya Katonda era
10 nolwokutegeza kwa Isa. Nali mu Mwoyo ku lunaku lwa Mukama (wafe), nempulira enyuma wange edobozi dene, ngeryakagombe, nga ko-
11 gera nti Kyolaba, wandika mu kitabo, okiwereze ekanisa omusanvu; eri Efeso, neri Sumuna, neri Peregamo, neri Suatira, neri Sadi, neri
12 Firaderefiya, neri Laodikiya. Nenkyuka okulaba edobozi eryayogera nange. Bwenakyuka,
13 nendaba etabaza musanvu eza zabu; ne wakati wetabaza (nendaba) afanana ngomwana womuntu, ngayambade okutuka ku bigere, era ngasi-
14 bidwa mu kifuba nolukoba olwa zabu. Nomutwegwe nenvirize nga zitukula ngebyoya byendiga ebitukula, ngomuzira; namasoge ngenimi
15 zomuliro; nebigerebye nga bifanana ngekikomo ekizigule, ngekirongosebwa mu ntamu; nedobo-
16 zirye (nga liri) ngedobozi lyama'zi amangi. Era ngakute mu mukonogwe ogwadyo emunyenye musanvu: ne mu kamwake nemuvamu ekitala ekisala ekyobwogi obubiri: nobwenyibwe (nga
17 buli) ngenjuba bweyaka mu manyi gayo. Bwenamulaba, nengwa ku bigerebye ngafude. Nantekako omukonogwe ogwadyo, ngayogera nti Totya; nze woluberyeberye era owenkomerero,
18 era Omulamu; era nali nfude, era, laba, ndi mulamu emirembe nemirembe, era nina ebisumuluzo
19 ebyokufa nebyemagombe. Kale wandika byolabye, nebiriwo, nebigenda okubawo oluvanyuma
20 lwebyo; ekyama kyemunyenye omusanvu zola-

bye mu mukono gwange ogwadyo netabaza omusanvu eza zabu. Emunyenye omusanvu be bamalaika bekanisa omusanvu: netabaza omusanvu ze kanisa omusanvu.

2.

Eri malaika owekanisa eyomu Efeso wandika nti 1

Bwati bwayogera oyo akwata emunyenye omusanvu mu mukonogwe ogwadyo, atambulira wakati wetabaza omusanvu eza zabu, nti Manyi 2
ebikolwabyo, nokufubakwo nokugumikirizakwo, era nga toinza kugumikiriza babi, era wabakema abeita abatume songa si bo, era wabalaba nga balimba; era olina okugumikiriza, era wa- 3
guma olwerinya lyange, so tewakowa. Naye 4
nina (ensonga) kugwe, kubanga waleka okwagalakwo okwoluberyeberye. Kale jukira gyewa- 5
gwa, wenenye, okole ebikolwa ebyoluberyeberye; bwotalikola bwotyo, njija gyoli, era ndigyawo etabazayo mu kifo kyayo, bwotalyenenya. Naye 6
kino kyolina kubanga okyawa ebikolwa bya Banikolaiti, nange byenkyawa. Alina okutu awuli- 7
re Omwoyo kyagamba ekanisa. Awangula ndimuwa okulya ku muti ogwobulamu, oguli wakati mu lusuku lwa Katonda.

Era eri malaika wekanisa eyomu Sumuna wa- 8
ndika nti

Bwati bwayogera owoluberyeberye era owenkomerero, eyali afude naba omulamu nti Manyi okubonabonakwo nobwavubwo [naye oli 9
mugaga], nokuvola kwabo abeita Abayudaya songa si bo, naye kunganiro lya Setani. Totya 10
byogenda okubonabona: laba, Omulopi oyo age-

nda okusula abamu mumwe mu komera, mukemebwe; era mulibonabonera enaku kumi. Bera mwesigwa okutusa okufa, nange ndikuwa
11 engule eyobulamu. Alina okutu awulire Omwoyo kyagamba ekanisa. Awangula talirumwa na katono kufa kwa kubiri.
12 Era eri malaika owekanisa eyomu Peregamo wandika nti

Bwati bwayogera oyo alina ekitala ekisala
13 ekyobwogi obubiri, nti Manyi gyotula awali entebe eyobwakabaka eya Setani: era okwata erinya lyange, so tewegana kukiriza kwange era ne mu naku za Antipa, omujulirwa wange (omusaja) wange omwesigwa, eya'tirwa ewamwe,
14 Setani watula. Naye nina (ensonga) kugwe si nyingi, kubanga olina eyo abakwata okuigiriza kwa Balamu, eyaigiriza Balaka okuteka enkonge mu maso gabana ba Isiraeri, okulya ebyawebwa
15 eri ebifananyi nokwenda. Era nawe bwotyo
16 olina abakwata okuigiriza kwa Banikolaiti. Kale wenenye; naye bwotalyenenya, njija gyoli mangu, era ndirwana nabo nekitala ekyomukamwa
17 kange. Alina okutu awulire Omwoyo kyagamba ekanisa. Awangula ndimuwa ku manu eyakwekebwa, era ndimuwa ejinja ejeru, era ku jinja kuwandikidwako erinya erigya, omuntu yena lyatamanyi wabula awebwa.
18 Era eri malaika owekanisa eyomu Suatira wandika nti

Bwati bwayogera Omwana wa Katonda, alina amaso (agali) ngenimi zomuliro, nebigerebye
19 ebifanana ngekikomo ekizigule, nti Manyi ebikolwabyo nokwagala nokukiriza nokuwereza nokugumikirizakwo, nebikolwabyo ebyoluvanyu-
20 ma nga bingi okusinga ebyoluberyeberye. Naye

nina (ensonga) kugwe, kubanga oleka omukazi oli Yezebeli, eyeita nabi; naigiriza nakyamya abadu bange okwenda, nokulya ebyawebwa eri ebifananyi. Era namuwa ebanga okwenenya; 21
natayagala kwenenya mu bwenzibwe. Laba 22
musula ku kiriri, nabo abenda naye mu kubonabona okungi, bwebatenenya mu bikolwabye.
Era nabanabe ndibata nolumbe; ekanisa zona 23
nezitegera nga nze nzuyo akebera ememe nemitima: era ndimuwa buli muntu mumwe ngebikolwa byamwe bwebiri. Naye mwe mbagamba, 24
abasigalawo abomu Suatira, bona abatalina kuigiriza kuno, abatamanyi bya buziba bya Setani, nga bwebogera; sibatekako mwe mugugu mulala.
Wabula kyemulina mukikwate, okutusa lwe- 25
ndija. Era awangula nakwata ebikolwa byange 26
okutusa ku nkomerero, oyo ndimuwa amanyi ku mawanga. era alibalunda nomugo gwekyuma, 27
ngebibya ebibumbe bwebyatikayatika; era nange nga bwenawebwa Kitange: era ndimuwa emu- 28
nyenye eyenkya. Alina okutu awulire Omwo- 29
yo kyagamba ekanisa

3

Era eri malaika owekanisa eyomu Sadi wa- 1
ndika nti

Bwati bwayogera oyo alina emyoyo omusanvu egya Katonda, nemunyenye omusanvu, nti Manyi ebikolwabyo, ngolina erinya eryokuba omulamu, era oli mufu. Tunula, onyuweze ebisigade- 2
yo ebyali bigenda okufa. kubanga salaba ku bikolwabyo ekyatukirira mu maso ga Katonda wange. Kale jukira bwewawebwa ne bwewawu- 3
lira; okwate, wenenye. Kale bwotalitunula, ndija ngomu'bi, so tolimanya sawa gyendijiramu gyoli.

4 Naye olina amanya matono mu Sadi agatayo-
nona ngoye zabwe: era balitambula nange mu
5 ngoye enjeru; kubanga basanide. Bwatyo awa-
ngula alyambazibwa engoye enjeru; so sirisa-
ngula na katono linyalye mu kitabo kyobulamu,
era ndyatula erinyalye mu maso ga Kitange, ne
6 mu maso ga bamalaikabe. Alina okutu, awulire
Omwoyo kyagamba ekanisa.

7 Era eri malaika owekanisa eyomu Firaderefiya
wandika nti

Bwati bwayogera oyo omutukuvu, owamazi-
ma, alina ekisumuluzo kya Daudi, agulawo, so
tewali muntu aligalawo, agalawo, so tewali mu-
8 ntu agulawo, nti Manyi ebikolwabyo [laba, na-
teka mu masogo olugi olugudwawo, omuntu
yena lwataanza kugalawo] ngolina amanyi mato-
no, nokwata ekigambo kyange, so tewegana li-
9 nya lyange. Laba ngaba abomukung'aniro lya
Setani abeita Abayudaya, songa si bo, naye ba-
limba; laba, ndibaleta okuja okusinza mu maso
gebigerebyo, era ndibamanyisa nga nakwagala.
10 Kubanga wekuma ekigambo ekyokugumikiriza
kwange, era nange ndikukuma obutaangira mu
kisera ekyokukemebwa, ekigenda okuja kunsi
11 zona, okukema abo abatula kunsi. Njija ma-
ngu: nyuweza kyolina, omuntu yena aleme oku-
12 twala enguleyo. Awangula ndimufula empagi
mu yekalu ya Katonda wange, so talifuluma nate
bweru: nange ndiwandika kuye erinya lya Ka-
tonda wange, nerinya lyekibuga kya Katonda
wange, Yerusalemi ekigya, ekika okuva mu gulu
13 eri Katonda wange, nerinya lyange erigya. Ali-
na okutu awulire Omwoyo kyagamba ekanisa.

14 Era eri malaika owekanisa eyomu Laodikiya
wandika nti

Bwati bwayogera oyo Amina, omujulirwa
omwesigwa era owamazima, oluberyeberye lwo-
kutonda kwa Katonda, nti Manyi ebikolwabyo, 15
nga tonyogoga so tobuguma: singa onyogoga
oba obuguma. Bwekityo kubanga olina ekibu- 16
gumirize, so tonyogoga so tobuguma, ndikusese-
ma mu kamwa kange. Kubanga oyogera nti 17
Ndi mugaga, era ngagawade, so siriko kyeneta-
ga, so tomanyi ngoli munaku gwe era asasirwa
era omwavu era omuzibe wamaso era ali obwere-
re: nkuwerera amagezi okugula gyendi ezabu 18
eyalongosebwa mu muliro, olyoke ogagawale,
nengoye enjeru, olyoke oyambale, era ensonyi
ezobwererebwo zireme okulabika; nedagala eryo-
kusiga ku masogo, olyoke olabe. Nze bona 19
benjagala mbanenya, era mbabulirira: kale nyi-
kira wenenye. Laba, nyimiride ku lugi, neya- 20
njula: omuntu yena bwawulira edobozi lyange,
nagulawo olugi, naingira gyali, era nalira wamu
naye, naye nange. Awangula ndimuwa okutula 21
awamu nange ku ntebe yange eyobwakabaka,
era nga nange bwenawangula, nentula wamu ne
Kitange ku ntebeye eyobwakabaka. Alina oku- 22
tu awulire Omwoyo kyagamba ekanisa.

4.

Oluvanyuma lwebyo nendaba, era, laba, olugi 1
olugudwawo mu gulu, nedobozi lyenasoka oku-
wulira, ngeryakagombe, nga kogera nange, nga-
yogera nti Linya okutuka wano, nange nakula-
ga ebigwanira okuberawo oluvanyuma lwebyo.
Amangwago nali mu Mwoyo: era, laba, entebe 2
eyobwakabaka yali ngetekedwawo mu gulu, era
eyali atude ku ntebe; naye eyali atude yali afa- 3

nana ngejinja erya yasepi nerya sadio okulabika: ne musoke okwetolola entebe eyali afanana
4 nga zumalidi okulabika. Entebe eyobwakabaka yali etolodwa entebe ezobwakabaka amakumi abiri mu nya: ne ku ntebe (kwaliko) abakade amakumi abiri mu bana nga batude, nga bambade engoye enjeru; ne ku mitwe gyabwe engu-
5 le eza zabu. Ne ku ntebe nga kuvako okumyansa namalobozi nokududuma. Netabaza omusanvu ezomuliro nga zaka mu maso gentebe, gye
6 myoyo omusanvu egya Katonda; ne mu maso gentebe ngenyanja eyendabirwamu, efanana nga kulusitalo; ne wakati wentebe nokwetolola entebe ebiramu bina ebijude amaso mu bwenyi ne-
7 nyuma. Nekiramu ekyoluberyeberye kyali kifanana ngempologoma, nekiramu ekyokubiri ngenyana, nekiramu ekyokusatu kyalina amaso ngagomuntu, nekiramu ekyokuna kyali kifanana
8 ngempungu ebuka. Nebiramu ebina, nga birina buli kimu ebiwawatiro mukaga, bijude amaso enjuwi zona ne munda: so tebiriko kuwumula emisana nekiro nga byogera nti Omutukuvu, Omutukuvu, Omutukuvu Mukama Katonda Omuinza webintu byona, eyabawo era abawo era
9 aja (okubawo). Era ebiramu bwebirimuwa ekitibwa netendo nokwebaza oyo atude ku ntebe, omu-
10 lamu emirembe nemirembe, abakade amakumi abiri mu bana balivunama mu maso goyo atude ku ntebe, era balimusinza oyo omulamu emirembe nemirembe, era balisula engule zabwe mu maso
11 gentebe, nga bogera nti Osanide gwe, Mukama wafe, Katonda wafe, okuwebwa ekitibwa netendo nobuinza: kubanga gwe wabitonda byona, era byabawo lwa kusimakwo, era byatondebwa.

5.

NENDABA mu mukono ogwadyo gwoyo eyali atude ku ntebe ekitabo ekiwandikidwa munda ne kungulu, ekisibidwa enyo obubonero omusanvu. Nendaba malaika owamanyi ngabulira nedobozi dene nti Ani asanide okukyanjuluza ekitabo nokubembula obubonero bwakyo omusanvu? Newatabawo mu gulu newakubade kunsi newakubade wansi wensi, eyainza okukyanjuluza ekitabo, newakubade okukitunulira. Nange nenkába nyo amaziga, kubanga tewalabika eyasanira okukyanjuluza ekitabo, newakubade okukitunulira: omu ku bakade nang'amba nti Tokaba: laba, Empologoma owomukika kya Yuda, ekikolo kya Daudi, yawangula, okukyanjuluza ekitabo nobubonero bwakyo omusanvu. Nendaba wakati wentebe nebiramu ebina, ne wakati wabakade, Omwana wendiga ngaimiride ngafanana ngeya'tibwa, ngerina amayembe musanvu, namaso musanvu, gye Myoyo omusanvu egya Katonda, egitumibwa munsi zona. Naja nakigya mu mukono ogwadyo ogwoyo atude kuntebe. Bweyatola ekitabo, ebiramu ebina nabakade amakumi abiri mu bana nebavunama mu maso Gomwana wendiga, buli muntu ngalina enanga nebibya ebya zabu ebijude obubane, kwe kusaba kwabatukuvu. Nebaimba oluimba olugya, nga bogera nti Osanide okutola ekitabo nokubembula obubonero bwakyo: kubanga wa'tibwa nogulira Katonda olwomusaigwo mu buli kika nolulimi nabantu negwanga, nobafula eri Katonda wafe obwakabaka era bakabona; era bafuga kunsi. Nendaba nempulira edo-

1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11

bozi lya bamalaika abangi abetolode entebe nebiramu nabakade; nomuwendo gwabwe gwali obukumi emirundi obukumi, mwenkumi emiru-
12 ndi enkumi; nga bogera nedobozi dene nti Asanide Omwana wendiga eya'tibwa okuwebwa obuinza nobugaga namagezi namanyi netendo nekitibwa nomukisa. Na buli kitonde ekiri mu
13 gulu, ne kunsi, ne wansi wensi, ne ku nyanja, nebirimu byona nembiwulira byona nga byogera nti Eri oyo atude ku ntebe, neri Omwana wendiga omukisa gube netendo nekitibwa namanyi emirembe nemirembe. Nebiramu ebina nebyogera nti
14 Amina. Nabakade nebavunama nebasinza.

6.

1 Nendaba Omwana wendiga bweyabembula ku bubonero omusanvu ko akamu, nempulira ekimu ku biramu ebina nga kyogera ngedobozi
2 eryokududuma nti Jangu. Nendaba, era, laba, embalasi enjeru, noyo atudeko ngalina omutego; nawebwa engule: nagenda ngawangula, era awangule.

3 Bweyabembula akabonero akokubiri, nempulira ekiramu ekyokubiri nga kyogera nti Jangu.
4 Nevayo (embalasi) endala eya lukunyu: naye eyali atudeko nawebwa okugyawo emirembe kunsi, era ba'tang'ane boka na boka: nawebwa ekitala ekinene.

5 Bweyabembula akabonero akokusatu, nempulira ekiramu ekyokusatu nga kyogera nti Jangu. Nendaba, era, laba, embalasi enzirugavu; neyali
6 atudeko ngalina ekigera mu mukonogwe. Nempulira ngedobozi wakati webiramu ebina nga lyogera nti Ekiyi kyeng'ano kya kyasa, nebiyi

bisatu ebya sairi bya kyasa; amafuta nomwenge so tobyonona.

Bweyabembula akabonero akokuna, nempulira edobozi lyekiramu ekyokuna nga kyogera nti Jangu. Nendaba, era, laba, embalasi eya kyenvu; neyali atudeko, erinyalye Kufa; ne Magombe nagenda naye. Nebawebwa obuinza ku kitundu ekyokuna ekyensi, oku'ta nekitala nenjala nolumbe nensolo zensi. 7 8

Bweyabembula akabonero akokutano, nendaba wansi wekyoto emyoyo gyabwe aba'tibwa olwekigambo kya Katonda, nolwokutegeza kwebalina: nebogerera wagulu nedobozi dene, nga bogera nti Olitusa wa, Mukama wafe, omutukuvu era owamazima, obutasala musango nobutawalana gwanga olwomusai gwafe kubo abatula kunsi? Nebawebwa buli muntu ekyambalo ekyeru; nebagambibwa okuwumula nate akasera katono, okutusa badu banabwe ne baganda babwe lwebaliwera, abagenda oku'tibwa nga nabo. 9 10 11

Bweyabembula akabonero akomukaga, nendaba, newaba ekikankano kinene; enjuba nedugala ngolugoye olwebyoya, nomwezi gwona neguba ngomusai; nemunyenye ezomugulu nezigwa kunsi, ngomutini bwegukunkumula amagu gagwo, nga gunyenyezebwa empewo enyingi. Negulu nerigyibwawo, ngomuzingo gwekitabo bweguzingibwa; na buli lusozi nekizinga nebigyibwawo mu bifo byabyo. Ne bakabaka bensi, nabalangira, nabagabe, nabagaga, nabamanyi, na buli mudu nowedembe nebekweka mu mpuku ne mu mainja agokunsozi; nebagamba ensozi namainja nti Mutugweko, mutukise mu maso goyo atude ku ntebe, ne mu busungu Bwomwana wendiga: kubanga olunaku olukulu olwo- 12 13 14 15 16 17

busungu bwabwe lutuse; era ani ainza okuimirirawo?

7.

1 Oluvanyuma nendaba bamalaika bana nga baimiride ku nsonda nya ezensi, nga bakute empewo nya ezensi, empewo yona ereme okukunta kunsi, newakubade ku nyanja, newakubade
2 ku muti gwona. Nendaba malaika omulala ngalinya okuva ebuvanjuba, ngalina akabonero ka Katonda omulamu: nayogerera wagulu nedobozi dene ngagamba bamalaika abana, abawebwa okwonona ensi nenyanja, ngayogera nti
3 Temwonona nsi, newakubade enyanja, newakubade emiti, okutusa lwetulimala okubatekako akabonero abadu ba Katonda wafe ku byenyi
4 byabwe. Nempulira omuwendo gwabwe abatekebwako akabonero, (bali) kasirivu mwobukumi buna mwenkumi nya, abatekebwako akabonero mu buli kika kyabana ba Isiraeri.

5 Abomukika kya Yuda abatekebwako akabonero kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Leubeni kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Gada kakumi mwenkumi biri:
6 Abomukika kya Aseri kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Nafutali kakumi mwenkumi biri:
Abomukika kya Manase kakumi mwenkumi biri:
7 Abomukika kya Simeoni kakumi mwenkumi biri.
Abomukika kya Levi kakumi mwenkumi biri:

Abomukika kya Isakali kakumi mwenkumi biri :
Abomukika kya Zebuloni kakumi mwenkumi biri : 8
Abomukika kya Yusufu kakumi mwenkumi biri :
Abomukika kya Benyamini abatekebwako akabonero kakumi mwenkumi biri.
Oluvanyuma lwebyo nendaba, era, laba, ekibina 9
kinene omuntu yena kyatainza kubala, mu buli gwanga nebika nabantu nenimi, nga baimiride mu maso gentebe ne mu maso Gomwana wendiga, nga bambade ebyambalo ebyeru, namatabi genkindu mu mikono gyabwe ; nebogerera wa- 10
gulu nedobozi dene, nga bogera nti Obulokovu (buba) bwa Katonda wafe atude ku ntebe, neri Omwana wendiga. Ne bamalaika bona bali 11
baimiride nga betolode entebe nabakade nebiramu ebina ; nebavunama amaso gabwe mu maso gentebe, nebamusinza Katonda, nga bogera nti 12
Amina : omukisa nekitibwa namagezi nokwebaza netendo nobuinza namanyi (bibe) eri Katonda wafe emirembe nemirembe. Amina. Omu 13
ku bakade nadamu, ngang'amba nti Bano abambade ebyambalo ebyo ebyeru, be bani, era bava wa? Nemugamba nti Mukama wange, 14
gwomanyi. Nang'amba nti Bano be bava mu kubonabona kuli okungi, nebayoza ebyambalo byabwe, nebabitukuza mu musai Gwomwana wendiga. Kyebavude babera mu maso gentebe 15
ya Katonda ; nebamuwereza emisana nekiro mu yekaluye : noyo atude ku ntebe alitimba ewemaye kubo. Tebalirumwa njala nate, so teba- 16
lirumwa nyonta nate, so omusana tegulibokya, newakubade okwokya kwona : kubanga Omwa- 17

na wendiga ali wakati wentebe yalibalunda, era alibaleta eri enzi'zi ezama'zi agobulamu: era Katonda alisangula buli ziga mu maso gabwe.

8.

1 Bweyabembula akabonero akomusanvu, ne-
waba akasirikiriro mu gulu nga kitundu kya
2 sawa. Nendaba bamalaika musanvu abaimirira
mu maso ga Katonda; nebawebwa obugombe
musanvu.
3 Ne malaika omulala naja naimirira ku kyoto,
ngalina ekyotezo ekya zabu; nawebwa obubane
bungi, alyoke aguteke mu kusaba kwabatuku-
vu bona ku kyoto ekya zabu ekyali mu maso
4 gentebe. Nomuka gwobubane negulinya wamu
nokusaba kwabatukuvu nga guva mu mukono
5 gwa malaika mu maso ga Katonda. Malaika
natwala ekyotezo; nakijuza omuliro ogwomu-
kyoto, nakisula kunsi; newaba okududuma na-
malobozi nokumyansa nekikankano.
6 Ne bamalaika omusanvu abalina obugombe
omusanvu nebetekateka okufuwa.
7 Malaika owoluberyeberye nafuwa, newaba
omuzira nomuliro ebitabudwa nomusai, nebisu-
libwa kunsi: nekitundu ekyokusatu ekyensi ne-
kigya, nekitundu ekyokusatu ekyemiti nekigya,
na buli mudo omubisi negugya.
8 Malaika owokubiri nafuwa; ngolusozi olune-
ne olwaka omuliro nerusulibwa mu nyanja: ne-
kitundu ekyokusatu ekyenyanja nekifuka mu-
9 sai; nebifa ekitundu ekyokusatu ekyebitonde
ebyomunyanja, ebiramu; nekitundu ekyokusatu
ekyamato nekizikirira.
10 Malaika owokusatu nafuwa, emunyenye enene

neva mu gulu negwa ngeyaka ngomumuli, negwa ku kitundu ekyokusatu ekyemiga, ne ku nzi'zi zama'zi. Nerinya lyemunyenye liitibwa Abusinso: nekitundu ekyokusatu ekyama'zi nekifuka abusinso: nabantu bangi nebafa olwama'zi, kubanga gakaizibwa. 11

Malaika owokuna nafuwa, nekitundu ekyokusatu ekyenjuba nekikubibwa, nekitundu ekyokusatu ekyomwezi, nekitundu ekyokusatu ekyemunyenye; ekitundu ekyokusatu ekyabyo kiryoke kizikizibwe, nomusana guleme okwaka ekitundu kyagwo ekyokusatu, nekiro bwekityo. 12

Nendaba, nempulira empungu emu ngebuka wakati wegulu, ngeyogera nedobozi dene nti Zibasanze, zibasanze, zibasanze abatula kunsi, olwamalobozi agasigadeyo agakagombe ka bamalaika abasatu abagenda okufuwa. 13

9.

Malaika owokutano nafuwa, nendaba emunyenye ngeva mu gulu ngegwa kunsi: nawebwa ekisumuluzo kyekinya ekitakoma. Nasumulula ekinya ekitakoma; nomuka neguva mu kinya negulinya ngomuka gwenkomi enene, nenjuba ne'banga nebizikizibwa olwomuka ogwomukinya. Ne mu muka nemuva enzige kunsi, neziwebwa obuinza, ngenjaba ezobusagwa ezomunsi bwezirina obuinza. Nezigambibwa obutayonona mudo gwensi, newakubade ekintu kyona ekibisi newakubade omuti gwona, wabula abantu boka abatalina kabonero ka Katonda ku byenyi byabwe. Neziwebwa obutaba'ta, wabula okubalumira emyezi etano: nokuluma kwazo (kwali) ngokuluma kwenjaba eyobusagwa 1 2 3 4 5

6 bweruma omuntu. Ne mu naku ezo abantu ba-
linonya okufa, so tebalikulaba na katono; era
balyegomba okufa, era okufa nga kubaduka.
7 Nebifananyi byenzige byafanana ngembalasi ezi-
tegekedwa olutalo, ne ku mitwe gyazo ngengule
ezifanana nga zabu, namaso gazo ngamaso gaba-
8 ntu. Era zalina enviri ngenviri zabakazi, na-
9 manyo gazo gali ngagempologoma. Era zalina
ebizibawo ngebizibawo ebyekyuma, nedobozi lye-
biwawatiro byazo ngedobozi lyamagali, eryemba-
lasi enyingi nga zifubutuka okuingira mu luta-
10 lo. Era zirina emikira egifanana ngenjaba ezo-
busagwa, nemimwa; ne mu mikira gyazo muli-
mu obuinza bwazo okulumira abantu emyezi
11 etano. Zirina kabaka wazo malaika owekinya
ekitakoma: erinya mu Lweberaniya Abadoni,
ne mu Luyonani alina erinya Apoluoni.
12 Obubi obumu buise: laba, obubi bubiri nate
buja oluvanyuma.
13 Malaika owomukaga nafuwa, nempulira edo-
bozi eryava mu nsonda enya ezekyoto ekya zabu
14 ekiri mu maso ga Katonda, ngagamba malaika
owomukaga eyalina akagombe nti Sumulula ba-
malaika abana abasibidwa ku muga omu-
15 nene Firati. Bamalaika abana nebasumululwa
abali bategekedwa esawa nolunaku nomwezi no-
mwaka, oku'ta ekitundu ekyokusatu ekyabantu.
16 Nomuwendo gwegye eryabebagala embalasi obu-
kumi kakumi emirundi ebiri: nempulira omuwe-
17 ndo gwabwe. Era bwenalaba bwenti embalasi mu
kwolesebwa kuno, nabo abali bazitudeko, nga
bambade ebyomukifuba ngebyomuliro nebya
kazigizigi nebyekiberiti: nemitwe egyembalasi
ngemitwe gyempologoma; ne mu bumwa bwazo
18 nemuva omuliro nomuka nekiberiti. Mu bibo-

nyobonyo ebyo byonsatule neba'tibwa ekitundu ekyokusatu ekyabantu, omuliro nomuka nekiberiti ebyava mu bumwa bwazo. Kubanga obuinza bwembalasi buli mu kamwa kazo, ne mu mikira gyazo: kubanga emikira gyazo gifanana ngemisota, nga girina emitwe; era gyezirumisa. Nabantu abasigalawo, abata'tibwa mu bibonyobonyo ebyo, tebenenya mu bikolwa byemikono gyabwe, obutasinza balubale, nebifananyi ebya zabu nebya feza nebyebikomo nebyamainja nebyemiti, ebitainza kulaba newakubade okuwulira, newakubade okutambula: nebatenenya mu busi bwabwe, newakubade mu bulogo bwabwe newakubade mu bwenzi bwabwe, newakubade mu bu'bi bwabwe.

10.

Nendaba malaika omulala owamanyi ngaka okuva mu gulu, ngayambade ekire; ne musoke ngali ku mutwegwe namasoge ngenjuba, nebigerebye ngempagi ezomuliro; era yalina mu mukonogwe akatabo akabikuse: nateka ekigerekye ekyadyo ku nyanja nekya kono kunsi; nayogerera wagulu nedobozi dene ngempologoma bwewuluguma: bweyayogerera wagulu ebiduduma omusanvu nebyogera amalobozi gabyo. Ebiduduma omusanvu bwebyayogera amalobozi gabyo, nali nga ng'enda okuwandika: nempulira edobozi eriva mu gulu, nga lyogera nti Teka akabonero kwebyo ebiduduma omusanvu byebyogede, so tobiwandika. Malaika gwenalaba ngaimiride ku nyanja ne kunsi naimusa omukonogwe ogwadyo eri egulu, nalaira oli aba omulamu emirembe nemirembe, eyatonda egulu nebirimu, nensi nebirimu, nenyanja nebirimu, nti tewali-

7 bera kisera nate: naye mu naku zedobozi lya
malaika owomusanvu, bwaliba ngagenda okufu-
wa, ekyama kya Katonda nekiryoka kitukirira,
8 ngenjiri bweri gyeyabulira abadube banabi.
Nedobozi lyenawulira nga liva mu gulu, (nendi-
wulira) nate nga lyogera nange nerigamba nti
Genda, otwale ekitabo ekibikuse mu mukono
9 gwa malaika aimiride ku nyanja ne kunsi. Ne-
ng'enda eri malaika, nga mugamba okumpa
akatabo. Nangamba nti Twala, okamire; era
kanakaya olubutolwo, naye mu kamwako kana-
10 ba kawomerevu ngomubisi gwenjuki. Nenka-
twala akatabo nenkagya mu mukono gwa mala-
ika, nenkamira; nekaba mu kamwa kange kawo-
merevu ngomubisi gwenjuki: bwenakalya, olu-
11 buto lwange nerukaizibwa. Nebang'amba nti
Kikugwanide okubulira nate eri abantu namawanga nenimi ne bakabaka abangi.

11.

1 Nempebwa olumuli olufanana ngomugo, nga-
yogera nti Golokoka, ogere yekalu ya Katonda,
2 nekyoto, nabasinzizamu. Nolugya oluli ebwe-
ru weyekalu luleke ebweru, so tolugera; kuba-
nga lwawebwa abamawanga: nekibuga ekituku-
vu balikirinyiririra emyezi amakumi ana mwe-
3 biri. Nange ndibawa abajulirwa bange babiri,
era baliragulira enaku lukumi mu bibiri mu
4 nkaga, nga bambade ebibukutu. Abo gye mize-
ituni ebiri netabaza ebiri eziimirira mu maso
5 ga Mukama wensi. Era omuntu yena bwaya-
gala okubakola obubi, omuliro guva mu kamwa
kabwe, negwokya abalabe babwe: era omu-
ntu yena bwayagala okubakola bubi, bwekityo

kigwana ye oku'tibwa. Abo balina obuinza 6
okusiba egulu, enkuba ereme okutonya mu naku
ezokutegeza kwabwe: era balina obuinza ku
ma'zi okugafula omusai, era nokubonyabonya
ensi nebibonyobonyo byona, emirundi emingi
nga bwebagala. Era bwebaliba nga bamaze oku- 7
tegeza kwabwe, ensolo eva mu kinya ekitakoma
erirwana nabo, era eribawangula, era eriba'ta.
Nomulambo gwabwe (guli) mu lugudo lwekibu- 8
ga ekinene, ekiitibwa mu mwoyo Sodoma Nemi-
siri, era Mukama wabwe mweyakomererwa.
Era abomubantu nebika nenimi namawanga ba- 9
labira omulambo gwabwe enaku satu nekitundu,
nebataganya mirambo gyabwe okuzikibwa mu
ntana. Nabo abatula kunsi basanyuka kulwa- 10
bwe, nebajaguza; era baliwerezagana ebirabo;
kubanga banabi abo ababiri bābonyabonya aba-
tula kunsi. Oluvanyuma lwenaku ziri esatu 11
nekitundu, omwoyo gwobulamu oguva eri Kato-
nda neguingira mubo, nebaimirira ku bigere
byabwe, okutya kungi nekugwa kubo ababalaba.
Nebawulira edobozi dene eriva mu gulu, nga 12
libagamba nti Mulinye okutuka wano. Nebali-
nya mu gulu mu kire; nabalabe babwe nebaba-
laba. Ne mu sawa eri newabawo ekikankano 13
ekinene, nekitundu ekyekumi ekyekibuga neki-
gwa; neba'tibwa abantu kasanvu mu kikanka-
no: nabo abasigalawo nebakwatibwa entisa,
nebamuwa ekitibwa Katonda owomugulu.

Obubi obwokubiri buise: laba, obubi obwo- 14
kusatu buja mangu.

Malaika owomusanvu nafuwa; newabawo 15
amalobozi amanene mu gulu, nga bogera nti
Obwakabaka bwensi bufuse bwa Mukama wafe,
era bwa Masiyawe: era alifuga emirembe nemi-

16 rembe. Nabakade amakumi abiri mu abana,
abatula mu maso ga Katonda ku ntebe zabwe
ezobwakabaka, nebavunama amaso gabwe, neba-
17 musinza Katonda, nga bogera nti Tukwebaza,
gwe Mukama (wafe) Katonda, Omuinza webintu
byona, abawo era eyabawo; kubanga otute
18 amanyigo amangi, nofuga. Amawanga negasu-
nguwala, nobusungubwo nebuja, nentuko ezoku-
saliramu omusango gwabafu, nezokubaweramu
empera yabwe abadubo banabi, nabatukuvu,
nabatya erinyalyo, abato nabakulu; nezokwono-
neramu abonona ensi.
19 Ne yekalu ya Katonda eyomugulu nebiku-
lwa; newalabika mu yekaluye esanduke yenda-
ganoye; newabawo okumyansa namalobozi no-
kududuma nekikankano nomuzira mungi.

12.

1 Nakabonero akanene nekalabika mu gulu,
omukazi ngayambade enjuba, nomwezi (nga
guli) wansi webigerebye, ne ku mutwegwe (nga
2 guliko) engule eyemunyenye kumi na biri; era
ngali lubuto: nakaba ngalumwa era ngabalaga-
3 lwa okuzala. Newalabika akabonero akalala
mu gulu, era, laba, ogusota ogumyufu ogunene,
ogulina emitwe omusanvu namayembe kumi, ne
4 ku mitwe gyagwo engule musanvu. Nomukira
gwagwo neguwalula ekitundu ekyokusatu ekye-
munyenye ezomugulu, neguzisula kunsi: ogu-
sota neguimirira mu maso gomukazi, eyali agenda
okuzala, bwalizala, gulyoke gulire dala omwana-
5 we. Nazala omwana owobulenzi, agenda oku-
fuga amawanga gona nomugo ogwekyuma: no-
mwanawe nakwakulibwa natwalibwa eri Kato-

nda, neri entebeye eyobwakabaka. Nomukazi 6
naduka natuka mu dungu, gyeyalina ekifo ekya-
tekebwatekebwa Katonda, balyoke bamulisize
eyo enaku lukumi mwebikumi bibiri mu nkaga.
Newaba olutalo mu gulu: Mikaeri ne bamala- 7
ikabe (nga batabala) okulwana nomusota; omu-
sota negulwana ne bamalaika bagwo; nebatai- 8
nza, so newatalabika kifo kyabwe nate mu gulu.
Nogusota ogunene negusulibwa, omusota ogwe- 9
da, oguitibwa Omulyolyomi era Setani, omuli-
mba wensi zona; negusulibwa kunsi, ne bama-
laika bagwo nebasulibwa nagwo. Nempulira 10
edobozi dene mu gulu, nga lyogera nti Kakano
obulokovu bu'ze namanyi nobwakabaka bwa
Katonda wafe, nobuinza bwa Masiyawe: kuba-
nga alopa baganda bafe yasulibwa, abalopa mu
maso ga Katonda wafe emisana nekiro. Nabo 11
bāmuwangula olwomusai Gwomwana wendiga,
nolwekigambo ekyokutegeza kwabwe; nebata-
yagala bulamu bwabwe okutusa okufa. Kale 12
musanyuke, egulu nabatulamu. Zisanze ensi
nenyanja: kubanga Omulyolyomi ase gyemuli
ngalina obusungu bungi, ngamanyi ngalina aka-
sera katono.
Ogusota bwegwalaba nga gusulidwa kunsi, 13
neguiganya omukazi eyazala (omwana) owobule-
nzi. Omukazi nawebwa ebiwawatiro bibiri 14
ebyempungu enene, alyoke abuke okutuka mu
dungu mu kifokye, gyalisizibwa ekisera nebi-
sera nekitundu kyekisera, mu maso gomusota.
Nomusota neguwandula mu kamwa kagwo 15
enyuma womukazi ama'zi ngomuga, gulyoke
gumutwaze omuga. Ensi nemubera omukazi, 16
ensi neyasama akamwa kayo, nenywa omuga
ogusota gwegwawandula mu kamwa kagwo.

7 Ogusota negusunguwalira omukazi, negugenda okulwana nabomuzaderye abasigalawo abakwata ebiragiro bya Katonda, era abalina okutegeza
13 kwa Isa: neguimirira ku musenyu gwenyanja.

Nendaba ensolo ngeva mu nyanja, erina amayembe kumi nemitwe musanvu, ne ku mayembe gayo (nga kuliko) engule kumi, ne ku
2 mitwe gyayo amanya agobuvozi. Nensolo gyenalaba yali efanana ngengo, nebigere byayo ngebya dubu, nakamwa kayo ngakamwa kempologoma: nogusota gwe gwagiwa amanyi gayo, nentebe yayo eyobwakabaka, nobuinza
3 obungi. (Nendaba) omutwe gumu ku mitwe gyayo nga gufumitidwa okufa; nekiwundu ekyokufa nekiwona: nensi zona nezewunya
4 enyuma wensolo; nebasinza ogusota, kubanga gwagiwa ensolo obuinza bwayo, nebasinza ensolo, nga bogera nti Ani afanana ngensolo? era ani
5 ainza okulwana nayo? newebwa akamwa akogera ebikulu nobuvozi; newebwa obuinza okumala
6 emyezi amakumi ana mwebiri. Neyasamya akamwa kayo oku'vola Katonda, okuvola erinya-
7 lye, newemaye, nabatula mu gulu. Newebwa okulwana nabatukuvu, nokubawangula: newebwa obuinza ku buli kika nabantu nolulimi ne-
8 gwanga. Era bona abatula munsi baligisinza, (buli) atawandikibwa linyalye mu kitabo kyobulamu Ekyomwana wendiga eya'tibwa okuva ku
9 kutondebwa kwensi. Omuntu yena bwaba
10 nokutu awulire. Omuntu yena bwayagala okunyaga, anyagibwa: omuntu yena bwa'ta nekitala, kimugwanira naye oku'tibwa nekitala. Awo we wali okugumikiriza nokukiriza kwabatukuvu.

11 Nendaba ensolo endala ngeva munsi; era

yalina amayembe abiri agafanana ngagomwana wendiga, neyogera ngogusota. Nekoza obuinza 12
bwona obwensolo eyoluberyeberye mu maso gayo. Nesinzisa ensi nabatulamu ensolo eyoluberyeberye, eyawona ekiwundu ekyokufa. Nekola obubonero bunene, era okusa omuliro 13
okuva mu gulu kunsi mu maso gabantu. Ne- 14
rimba abatula kunsi olwobubonero bweyawebwa okukola mu maso gensolo; ngegamba abatula kunsi, okugikolera ensolo ekifananyi, erina ekiwundu ekyekitala neba namu. Newebwa oku- 15
kiwa ekifananyi ekyensolo (okusa) omuka, ekifananyi ekyensolo kiryoke kyogere, era kise bona abatasinza kifananyi kya nsolo. Newaliriza bona, 16
abato nabakulu, nabagaga nabavu, nabedembe nabadu okuwebwa enkovu ku mukono gwabwe ogwadyo oba ku byenyi byabwe; era omuntu 17
yena aleme okuinza okugula newakubade okutunda, wabula ngalina enkovu, erinya lyensolo oba omuwendo gwerinya lyayo. Awo we wali 18
amagezi. Alina okutegera abale omuwendo gwensolo; kubanga gwe muwendo gwomuntu: nomuwendo gwayo lukaga mu nkaga mu mukaga.

14.

Nendaba, era, laba, Omwana wendiga ngai- 1
miride ku lusozi Sayuni, era wamu naye akasirivu mwobukumi buna mwenkumi nya, nga balina erinyalye nerinya lya Kitawe nga liwandikidwa ku byenyi byabwe. Nempulira edobozi eriva 2
mu gulu, ngedobozi yama'zi amangi, era ngedobozi yokududuma okunene: nedobozi lyenawulira ngeryabakubi benanga nga bakuba enanga zabwe: nebaimba ngoluimba olugya mu maso 3

gentebe eyobwakabaka, ne mu maso gebiramu ebina nabakade; so tewali muntu eyainza okuiga oluimba wabula akasirivu mwobukade buna
4 mwenkumi nya, abagulibwa munsi. Abo be bateyonona eri abakazi; kubanga tebamanyanga mukazi. Abo be bagoberera Omwana wendiga buli gyagenda. Abo bagulibwa mu bantu (okuba) ebibala ebyoluberyeberye eri Katonda
5 neri Omwana wendiga. Era mu kamwa kabwe temwalabika bulimba: tebaliko bulema.
6 Nendaba malaika omulala ngabuka wakati mu gulu ngalina enjiri eyemirembe nemirembe, okubulira abatula kunsi na buli gwanga nekika
7 nolulimi nabantu, ngayogera nedobozi dene nti Mutye Katonda, mumuwe ekitibwa; kubanga ekisera ekyomusangogwe kituse: mumusinze eyakola egulu nensi nenyanja nensulo zama'zi.
8 Ne malaika omulala owokubiri nagoberera, ngayogera nti, Kigude kigude Babuloni ekinene ekyanywesa amawanga gona ku mwenge gwobusungu bwobwenzi bwakyo.
9 Ne malaika omulala owokusatu nabagoberera, ngayogera nedobozi dene nti Omuntu yena bwasinza ensolo nekifananyi kyayo, era bwakiriza enkovu ku kyenyikye, oba ku mukonogwe,
10 oyo naye alinywa ku mwenge ogwobusungu bwa Katonda, ogufukibwa ogutatabulwamu ma'zi mu ndeku eyobusungubwe; era alibonyabonyezebwa mu muliro nekiberiti mu maso ga bamalaika abatukuvu ne mu maso Gomwana wendiga:
11 nomuka ogwokubonyabonyezebwa kwabwe gunyoka emirembe nemirembe; so tebalina kuwumula emisana nekiro abasinza ensolo nekifananyi kyayo, na buli akiriza enkovu yerinya lyayo.
12 Awo we wali okugumikiriza kwabatukuvu, aba-

kwata ebiragiro bya Katonda nokukiriza kwa Isa.

Nempulira edobozi eriva mu gulu nga lyo- 18
gera nti Wandika nti Baweredwa omukisa abafu abafira mu Mukama (wafe) okutanula lero: wewawo, bwayogera Omwoyo, balyoke bawumule mu kutegana kwabwe; kubanga ebikolwa byabwe bigenda nabo.

Nendaba, era, laba, ekire ekyeru; ne ku kire 14
(nendaba) atudeko eyali afanana ngomwana womuntu, ngalina ku mutwegwe engule eya zabu, ne mu mukonogwe ekiwabyo ekyobwogi. Ne 15
malaika omulala nava mu yekalu, ngayogera wagulu nedobozi dene ngagamba atude ku kire nti Tekako ekiwabyokyo, okungule: kubanga ekisera ekyokukunguliramu kituse, kubanga ebikungulwa ebyensi bikaze. Noyo atude ku kire 16
nasula ekiwabyokye kunsi, nensi nekungulibwa.

Ne malaika omulala nava mu yekalu eyomu- 17
gulu, naye ngalina ekiwabyo ekyobwogi. Ne 18
malaika omulala nava ku kyoto, ye yalina obuinza ku muliro; nayogerera wagulu nedobozi dene ngagamba oyo alina ekiwabyo ekyobwogi, ngayogera nti Tekako ekiwabyokyo ekyobwogi, onoge ebirimba byomuzabibu gwensi; kubanga ezabibu zagwo zengerede dala. Ne malaika 19
nasula ekiwabyokye kunsi, nanoga omuzabibu gwensi, nasula mu sogolero edene eryobusungu bwa Katonda. Nesogolero neririnyirirwa ebweru wekibuga, nomusai neguva mu sogolero, okutuka ku nkoba zembalasi, nokutuka amabanga lukumi mu lukaga. 20

15.

1 NENDABA akabonero akalala mu gulu akanene akekitalo, bamalaika musanvu nga balina ebibonyobonyo musanvu ebyenkomerero, kubanga mwebyo obusungu bwa Katonda mwebutukiririra.

2 Nendaba ngenyanja yendabirwamu etabudwamu omuliro; abava eri ensolo nekifananyi kyayo nomuwendo gwerinya lyayo nga bawangude, nga baimiride ku nyanja yendabirwamu,
3 nga balina enanga za Katonda. Nebaimba oluimba lwa Musa omudu wa Katonda, noluimba Lwomwana wendiga, nga bogera nti Bikulu era bya kitalo ebikolwabyo, Mukama Katonda, Omuinza webintu byona; ga butukirivu era ga mazima amakubogo, gwe Kabaka owemirembe
4 nemirembe. Ani atalitya, Mukama, nataliwa kitibwa erinyalyo? kubanga gwe weka gwe mutukuvu; kubanga amawanga gona galija era galisinziza mu masogo; kubanga ebikolwabyo ebyobutukirivu birabise.

5 Oluvanyuma lwebyo nendaba, yekalu eyewe-
6 ma eyobujulizi mu gulu nebikulwa: nemuva mu yekalu bamalaika omusanvu abalina ebibonyobonyo omusanvu nga bambade amainja, amalongofu agamasamasa, era nga basibidwa mu bifuba
7 enkoba eza zabu. Ekimu ekyokubiramu ebina nekibawa bamalaika omusanvu ebibya musanvu ebya zabu nga bijude obusungu bwa Katonda,
8 aba omulamu emirembe nemirembe. Neyekalu nejula omuka oguva mu kitibwa kya Katonda ne mu manyige; so tewali muntu eyainza okuingira mu yekalu, okutusa ebibonyobonyo

omusanvu ebya bamalaika omusanvu lwebyatukirira.

16.

Nempulira edobozi edene eriva mu yekalu, nga ligamba bamalaika omusanvu nti Mugende, mufuke ebibya omusanvu ebyobusungu bwa Katonda kunsi. 1

Owoluberyeberye nagenda, nafuka ekibyakye kunsi; newabawo ebwa ebi ezibu ku bantu abalina enkovu yensolo, era abasinza ekifananyi kyayo. 2

Owokubiri nafuka ekibyakye mu nyanja; newabawo omusai ngogwomufu, na buli mwoyo omulamu negufa, ebiri mu nyanja. 3

Owokusatu nafuka ekibyakye mu miga ne mu nsulo zama'zi, newabawo omusai. Nempulira malaika wama'zi ngayogera nti Gwe mutukirivu, gwe abawo eyabawo, gwe mutukuvu, kubanga wasala omusango bwotyo: kubanga bafuka omusai gwabatukuvu nogwa banabi, omusai gwe gwobawade okunywa: basanide. Nempulira ekyoto nga kyogera nti Wewawo, Mukama Katonda, Omuinza webintu byona, gya mazima era gya nsonga emisangogyo. 4 5 6 7

Owokuna nafuka ekibyakye ku njuba; newebwa okwokya abantu nomuliro. Abantu nebokebwa okwokya okunene: nebavuma erinya lya Katonda alina amanyi ku bibonyobonyo ebyo; nebatenenya okumuwa ekitibwa. 8 9

Owokutano nafuka ekibyakye ku ntebe yobwakabaka eyensolo; obwakabaka bwayo nebuzikizibwa; neberuma enimi zabwe olwokubonabona, nebavuma Katonda owomugulu olwokubonabona kwabwe nolwamabwa gabwe, so tebenenya mu bikolwa byabwe. 10 11

12 Owomukaga nafuka ekibyakye ku muga omu-
nene Firati; nama'zi gagwo negakalira, ekubo
lya bakabaka abava ebuvanjuba liryoke liteketе-
13 kebwe. Nendaba (nga giva) mu kamwa kogu-
sota, ne mu kamwa kensolo, ne mu kamwa ka
nabi wobulimba, emizimu emibi esatu, (nga giri)
14 ngebikere: kubanga gye mizimu gya balubale,
egikola obubonero; egiva (egigenda) eri bakabaka
bensi zona, okubakung'anya eri olutalo olwoku-
15 lunaku olukulu olwa Katonda, Omuinza webintu
byona. [Laba, njija ngomu'bi. Aweredwa omu-
kisa atunula, nakuma ebyambalobye, aleme
okugenda obwerere, era baleme okulaba enso-
16 nyize.] Negibakung'anyiza mu kifo ekiitibwa
mu Lweberaniya Kala-Magedoni.
17 Owomusanvu nafuka ekibyakye ku banga;
edobozi edene neriva mu yekalu, mu ntebe yo-
18 bwakabaka, nga lyogera nti Kikoledwa: newa-
bawo okumyansa namalobozi nokududuma; ne-
wabawo ekikankano ekinene, nga tekibangawo
kasokede abantu baba kunsi, ekikankano ekine-
19 ne, ekikulu bwekityo. Nekibuga ekinene ne-
kyawukanamu ebitundu bisatu, nebibuga eby-
amawanga nebigwa: ne Babuloni ekinene nekiju-
kirwa mu maso ga Katonda, okukiwa (okunywa)
20 endeku eyobukambwe bwobusungubwe. Na
buli kizinga nekiduka, so nensozi tezalabika.
21 Nomuzira omunene, (buli mpeke) ngobuzito
obwa talanta, neguka okuva mu gulu ku bantu:
nabantu nebavola Katonda olwekibonyobonyo
ekyomuzira; kubanga ekibonyobonyo kyagwo
kinene nyo.

17.

Newaja omu ku bamalaika omusanvu abalina 1
ebibya omusanvu, nayogera nange, ngagamba
nti Jangu wano, nange nakulaga omusango gwo-
mwenzi omukulu atula ku ma'zi amangi; bakaba- 2
ka bensi gwebayenda naye, nabo abatula kunsi
nebatamira omwenge gwobwenzibwe. Nantwala 3
mu dungu mu Mwoyo: nendaba omukazi, nga-
tude ku nsolo emyufu, ngejude amanya agobu'vo-
zi, ngerina emitwe musanvu namayembe kumi.
Omukazi ngayambade olugoye olwefulungu no- 4
lumyufu, era nayonjebwa ne zabu namainja ago-
muwendo omungi nerulu, ngalina mu mukono-
gwe endeku eya zabu ejude emizizo, ye mpi-
tambi eyobwenzibwe, ne ku kyenyikye erinya 5
eriwandikidwa nti Ekyama, Babuloni ekinene,
nyina wabenzi era owemizizo gyensi. Nenda- 6
ba omukazi oyo ngatamide omusai gwabatu-
kuvu, nomusai gwa bajulirwa ba Isa. Bwena-
mulaba, nenewunya okwewunya kunene. Mala- 7
ika nang'amba nti Kiki ekikwewunyisa? Nze
nakubulira ekyama kyomukazi, nekyensolo emu-
situde, erina emitwe omusanvu namayembe eku-
mi. Ensolo gyewalabye yaliwo era teriwo era 8
egenda okuva mu kinya ekitakoma nokugenda
mu kubula. Nabo abatula kunsi balyewunya,
abatawandikibwa linya lyabwe mu kitabo kyobu-
lamu kasokede ensi etekebwawo, bwebaliraba
ensolo nga yaliwo era teriwo ate eribawo. Awo 9
we wali omwoyo ogulina amagezi. Emitwe omu-
sanvu ze nsozi omusanvu, omukazi zatudeko: 10
era be bakabaka omusanvu; abatano bagwa,
omu wali, omulala tanaba kuja; era bwalija,

11 kimugwanira okumalawo ebiro bitono. Nensolo
eyaliwo era teriwo, oyo naye ye womunana, naye
12 ye wokumusanvu, era agenda mu kubula. Na-
mayembe ekumi gewalabye be bakabaka ekumi,
abatanaba kuwebwa bwakabaka; naye bawe-
bwa obuinza nga bakabaka, awamu nensolo,
13 okumala esawa emu. Abo balina okutesa kumu,
14 nebagiwa ensolo amanyi gabwe nobuinza. Abo
balirwana Nomwana wendiga, Nomwana wendiga
alibawangula, kubanga ye Mukama wabami, era
ye Kabaka wa bakabaka; era nabo abali awamu
15 naye, abaitibwa, abalonde, abesigwa. Nang'amba
nti Ama'zi gewalabye, omwenzi watude, be ba-
16 ntu nebibina namawanga nenimi. Namayembe
ekumi gewalabye, nensolo, bano balikyawa omwe-
nzi, balimulekesa, balimufula omwerere, balirya
17 enyamaye, era balimwokera dala omuliro. Ku-
banga Katonda yasa mu mitima gyabwe okukola
kyeyatesa, nokutesa awamu, nokugiwa ensolo
obwakabaka bwabwe, okutusa ebigambo bya Ka-
18 tonda lwebiritukirira. Nomukazi gwewalabye
kye kibuga ekinene, ekirina obwakabaka ku ba-
kabaka bensi.

18.

1 OLUVANYUMA lwebyo nendaba malaika omu-
lala ngaka okuva mu gulu, ngalina obuinza
2 bungi; nensi nemulisibwa ekitibwakye. Nayo-
gerera wagulu nedobozi eryamanyi, ngayogera
nti Kigude, kigude Babuloni ekinene, nekifuka
ekisulo kya balubale, nekomera erya buli muzi-
mu omubi, nekomera erya buli nyonyi embi
3 ekyaibwa. Kubanga olwomwenge gwobusungu
bwobwenzibwe amawanga gona gagude; ne ba-

kabaka bensi nebayenda naye, nabatunzi bensi nebagagawala olwamanyi gobukababwe.

Nempulira edobozi edala eriva mu gulu, nga lyogera nti Mukifulumemu, abantu bange, muleme okusekimu nebibibye era muleme okuwebwa ku bibonyobonyobye: kubanga ebibibye bituse mu gulu, era Katonda ajukide ebyononobye. Mumusasule oyo nga naye bweyasasula, era mumwongereko emirundi ebiri ngebikolwabye bwebyali: mu ndeku gyeyatabula mumutabulire emirundi ebiri. Nga bweyegulumiza nakabawala, mumuwe bwemutyo okubonabona nokunakuwala: kubanga ayogera mu mutimagwe nti Ntude nga kabaka, so siri munamwandu, so siriraba naku na katono. Kyebiriva bija mu lunaku olumu ebibonyobonyobye, okufa, nenaku, nenjala; era alyokerwa dala omuliro; kubanga Mukama Katonda wa manyi eyamusalira omusango. Era bakabaka bensi, abayenda nebakabawala naye, balikaba balikuba ebiwobe kululwe, bwebaliraba omuka ogwokwokebwakwe, nga baimiride wala olwentisa eyokubonabonakwe, nga bogera nti Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekinene Babuloni, ekibuga ekyamanyi, kubanga mu sawa emu omusangogwo gutuse. Nabatunzi abomunsi bakaba banakuwala kululwe kubanga tewali muntu akyagula obuguzi bwabwe; obuguzi obwa zabu, ne feza, namainja agomuwendo, nerulu, ne bafuta enungi, nolugoye olwefulungu, ne aliri, nolugoye olumyufu; na buli muti ogwomugavu, na buli kintu ekyesanga, na buli kintu ekyomuti ogwomuwendo omungi enyo, nekyekikomo, nekyekyuma, nekyejinja edungi; nekyakalosa, nebinzali, nobubane, nomuzigo gwomugavu, nenvumbo, nomwenge, namafuta, nobuta obulungi, neng'a-

no, nente, nendiga ; nobuguzi bwembalasi nama-
14 gali nabadu ; nemyoyo gyabantu. Nebibala
omwoyogwo byegwegomba bikuvudeko, nebintu
byona ebiwoma nebirungi bikuvudeko, so teba-
15 kyabiraba nate. Abatunzi bebyo, beyagagawa-
za, baliimirira wala olwentisa yokubonabonakwe,
16 nga bakaba nga banakuwala ; nga bogera nti Zi-
kisanze, zikisanze, ekibuga ekinene, ekyayamba-
zibwa bafuta enungi nolugoye olwefulungu nolu-
myufu, era nekiyonjebwa ne zabu namainja ago-
17 muwendo nerulu ! kubanga mu sawa emu obu-
gaga obungi nga buno buzikiride. Na buli mu-
goba na buli atambula wona wona mu lyato na-
balunyanja ne bona abakola (emirimu egyomu)
18 nyanja, nebaimirira wala, nebogerera wagulu
bwebalaba omuka ogwokwokebwakwe, nga boge-
ra nti Kiriwa ekifanana ngekibuga ekinene ?
19 Nebafuka enfufu ku mitwe gyabwe, nebogerera
wagulu nga bakaba nga banakuwala, nga bogera
nti Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekinene, bona
kyebagagawaliramu abālina amato mu nyanja
olwomuwendogwe omungi, kubanga mu sawa
20 emu gwazikirira. Mumusanyukire, egulu na-
mwe abatukuvu namwe abatume namwe banabi ;
kubanga Katonda amusalide omusango gwamwe.
21 Malaika owamanyi nasitula ejinja dene ngolu-
bengo olunene, nalisula mu nyanja, ngayogera nti
Bwekirisulibwa bwekityo nokutandagirwa okune-
ne Babuloni, ekibuga ekinene, so tekirirabika nate.
22 Newakubade edobozi lyabakubi benanga nabali-
na ebivuga nabafuwa emirere nabafuwa amako-
ndere teririwulirwa nate mugwe ; newakubade
omugezi wemirimu gyona gyona talirabika nate
mugwe ; newakubade edobozi lyolubengo teriri-
23 wulirwa nate mugwe ; newakubade okwaka

kwetabaza tekulyaka nate mugwe; newakubade edobozi lyawasa omugole neryomugole teririwulirwa nate mugwe: kubanga abatunzibo bāli balangira ba nsi; kubanga mu bulogobwo amawanga gona galimbibwa. Era nomusai gwa banabi 24
nabatukuvu nogwa bona aba'tibwa kunsi gwalabika muye

19.

Oluvanyuma lwebyo nempulira ngedobozi 1
edene eryekibina ekinene mu gulu, nga bogera nti Aleruya; Obulokovu, nekitibwa, nobuinza bye bya Katonda wafe: kubanga emisangogye 2
gya mazima era gya nsonga; kubanga asalide omusango omwenzi omukulu, eyayonona ensi nobwenzibwe, era awolede egwanga lyomusai gwabadube mu mukono gwoyo. Omulundi 3
ogwokubiri nebogera nti Aleruya. Nomukagwe gunyoka emirembe nemirembe. Nabakade ama- 4
kumi abiri mu abana nebiramu ebina nebavunama nebasinza Katonda atula ku ntebe, nga bogera nti Amina; Aleruya. Nedobozi neriva mu 5
ntebe, nga lyogera nti Mutendereze Katonda wafe, mwe mwena abadube, abamutya, abato nabakulu. Nempulira ngedobozi lyekibina ekine- 6
ne, era ngedobozi lyama'zi amangi era ngedobozi lyokududuma okwamanyi, nga byogera nti Aleruya: kubanga Mukama Katonda wafe Omuinza webintu byona afuga. Tusanyuke, tujaguze, 7
tumuwe ekitibwa ye: kubanga obugole Bwomwana wendiga butuse, ne mukaziwe yetesetese. Nawebwa okwambala bafuta entukuvu enungi: 8
kubanga bafuta eno bye bikolwa ebyobutukirivu ebyabatukuvu. Nang'amba nti Wandika nti 9

Baweredwa omukisa abaitibwa ku mbaga eyobugole Bwomwana wendiga. Nang'amba nti Ebyo
10 bye bigambo ebyamazima ebya Katonda. Nenvunama mu maso gebigerebye okumusinza. Nang'amba nti Laba tokola (bwotyo): ndi mudu muno era owomubagandabo abalina okutegeza kwa Isa: sinza Katonda: kubanga okutegeza kwa Isa gwe mwoyo gwobunabi.

11 Nendaba egulu nga libikuse; era, laba, embalasi enjeru, neyali agitudeko, aitibwa mwesigwa era owamazima; ne mu butukirivu asala emisa-
12 ngo era alwana. Era amasoge (gwe) muliro ogwaka, ne ku mutwegwe engule nyingi; era ngalina erinya eriwandikidwa omuntu yena
13 lyatamanyi wabula ye yeka. Era ngayambade ekyambalo ekyamansirwako omusai: nerinya-
14 lye neriitibwa Kigambo kya Katonda. Negye eryomugulu nerimugoberera ku mbalasi enjeru,
15 nga bambade bafuta enjeru enungi. Ne mu kamwake muvamu ekitala ekyobwogi ateme amawanga nakyo: era alibafuga nomugo ogwekyuma: era alinya esogolero lyomwenge gwobusungu bwobukambwe bwa Katonda Omuinza
16 webintu byona. Era alina ku kyambalokye ne ku kisambikye erinya eriwandikidwa nti Kabaka wa bakabaka, era Mukama wabami.

17 Nendaba malaika ngaimiride mu njuba; nayogerera wagulu nedobozi dene, ngagamba enyonyi zona ezibuka mu banga nti Muje muku-
18 ng'ane ku mbaga enkulu eya Katonda; mulyoke mulye enyama ya bakabaka, nenyama eyabagabe, nenyama eyabamanyi, nenyama eyembalasi neyabo abazitulako, nenyama eya bona abedembe era nabadu, nabato nabakulu.

19 Nendaba ensolo, ne bakabaka bensi, negye lya-

bwe nga bakunga'nye okulwana noyo eyali atude
ku mbalasi negyerye. Ensolo nekwatibwa era 20
wamu nayo nabi owobulimba eyakola obubonero
mu maso gayo bweyalimbisa abo abakiriza enko-
vu yensolo, nabo abasinza ekifananyi kyayo:
bombi nebasulibwa nga balamu mu nyanja eyo-
muliro eyaka nekiberiti: nabasigalawo nebatibwa 21
nekitala kyoyo eyali atude ku mbalasi, ekiva
mu kamwake: nenyonyi zona nezikuta ku nya-
ma yabwe.

20.

Nendaba malaika ngaka okuva mu gulu, nga- 1
lina ekisumuluzo kyekinya ekitakoma nolujege-
ra olunene mu mukonogwe. Nakwata ogusota, 2
omusota ogweda, ye Mulyolyomi era Setani,
nagusibira emyaka lukumi, nagusula mu kinya 3
ekitakoma nagalawo natekako akabonero, gule-
me okulimba amawanga nate, okutusa emyaka
lukumi lwegirigwa; oluvanyuma lwagyo kimu-
gwanira okusumululwa ebiro bitono.

Nendaba entebe ezobwakabaka, nga kuliko 4
abatudeko, nebawebwa (okusala) omusango: ne-
myoyo gyabwe abatemebwako emitwe olwoku-
tegeza kwa Isa nolwekigambo kya Katonda,
nabo abatasinza nsolo newakubade ekifananyi
kyayo, so tebakiriza nkovu ku kyenyi kyabwe
ne ku mukono gwabwe; nebaba balamu, neba-
fugira wamu ne Masiya emyaka lukumi. Abafu 5
abalala tebaba balamu okutusa emyaka olukumi
lwegyagwa. Kuno kwe kuzukira okwoluberye-
berye. Aweredwa omukisa, era ye mutukuvu 6
alina omugabo mu kuzukira okwoluberyeberye:
okufa okwokubiri tekulina buinza kubo, naye

balibera bakabona ba Katonda era ba Masiya, era balifugira wamu naye emyaka lukumi.

7 Awo, emyaka egyo olukumi bwegirigwa, Se-
8 tani nalyoka asumululwa mu komeralye, era aligenda okulimba amawanga agomunsonda enya ezensi, Goga ne Magoga, okubakung'anya ku lutalo: omuwendo gwabwe ngomusenyu gwe-
9 nyanja. Nebalinya ku bugazi bwensi, nebazingiza olusisira olwabatukuvu nekibuga ekyagalwa: omuliro neguka okuva mu gulu, negubo-
10 kya. Nomulyolyomi eyabalimba nasulibwa mu nyanja eyomuliro nekiberiti, era omuli ensolo ne nabi owobulimba; era balibonyabonyezebwa emisana nekiro emirembe nemirembe.

11 Nendaba entebe eyobwakabaka enene enjeru, noyo eyali agitudeko, egulu nensi nebiduka mu
12 masoge; nekifo kyabyo tekyalabika. Nendaba abafu, abakulu nabato, nga baimiride mu maso gentebe; ebitabo nebibikulwa: nekitabo ekirala nekibikulwa, kye kyobulamu: abafu nebasalirwa omusango mwebyo ebyawandikibwa mu bi-
13 tabo, ngebikolwa byabwe bwebyali. Nenyanja nereta abafu abalimu, nokufa namagombe (nebireta) abafu abalimu: nebasalirwa omusango
14 buli muntu ngebikolwa byabwe bwebyali. Nokufa namagombe nebisulibwa mu nyanja eyomuliro. Eyo kwe kufa okwokubiri, enyanja
15 eyomuliro. Era omuntu yena atalabika ngawandikidwa mu kitabo ekyobulamu, nasulibwa mu nyanja eyomuliro.

21.

NENDABA egulu erigya nensi empya: kubanga egulu eryoluberyeberye nensi eyoluberyeberye nga bigenze: nenyanja nga tekyaliwo. Nendaba ekibuga ekitukuvu, Yerusalemi ekigya, nga kika okuva mu gulu ewa Katonda, nga kitegekedwa ngomugole ayonjeredwa bawe. Nempulira edobozi edene eriva mu ntebe nga lyogera nti Laba, ewema ya Katonda awamu nabantu, era alitula wamu nabo, nabo balibera bantube, naye Katonda ye nyini alibera wamu nabo, Katonda wabwe: naye alisangula buli 'ziga mu maso gabwe; era okufa tekulibawo nate; so tewaliba nate naku newakubade okukaba newakubade okulumwa: ebyoluberyeberye biwedewo. Noyo atula ku ntebe nayogera nti Laba, byona mbi'zi-'za bugya. Nayogera nti Wandika: kubanga ebigambo ebyo bya bwesige era bya mazima. Nang'amba nti Bitukiride. Nze ndi Alufa ne Omega, okusoka nenkomerero. Ndimuwa alina enyonta okunywa mu lu'zi olwama'zi agobulamu buwa. Awangula alisikira ebyo; nange ndibera Katondawe, naye aliba mwana wange. Naye abati, nabatakiriza, nabagwagwa, naba'si, nabenzi, nabalogo, nabasinza ebifananyi, nabalimba bona, omugabo gwabwe (guliba) mu nyanja eyaka nomuliro nekiberiti; kwe kufa okwokubiri.

Newaja omu owokubamalaika omusanvu abalina ebibya omusanvu, abajula ebibonyobonyo omusanvu ebyenkomerero; nayogera nange, ngagamba nti Jangu, nakulaga omugole, mukazi Womwana wendiga. Nantwala mu Mwoyo ku lusozi olunene oluwanvu, nandaga ekibuga

ekitukuvu Yerusalemi nga kika okuva mu gulu
11 ewa Katonda, nga kirina ekitibwa kya Kato-
nda: okumasamasa kwakyo ngejinja eryomuwe-
ndo omungi enyo, ngejinja yasepi, eritangalija:
12 nga kirina bugwe omunene omuwanvu; nga ki-
rina emiryango kumi nebiri, ne ku miryango
bamalaika kumi nababiri; namanya agawandi-
kidwako, ge gebika ekumi nebibiri ebyabana ba
13 Isiraeri: ebuvanjuba emiryango esatu; era ebu-
kika obwa kono emiryango esatu; era ebukika
obwadyo emiryango esatu; era ebugwanjuba emi-
14 ryango esatu. Ne bugwe wekibuga yalina emisi-
ngi kumi nebiri, nekubako amanya kumi nabiri
agabatume ekumi nababiri Abomwana wendiga.
15 Naye eyayogera nange yalina ekigera ebanda
erya zabu okugera ekibuga, nemiryango gyakyo,
16 ne bugwe wakyo. Nekibuga kyenkanyankanyi-
zibwa enjuwi zona, nobuwanvu bwakyo buli ngo-
bugazi: nagera ekibuga nebanda, amabanga ka-
kumi mwenkumi biri: obuwanvu nobugazi no-
17 bugulumivu bwakyo bwenkanankana. Nagera
bugwe wakyo, emikono kikumi mwana mwena,
18 ekigero kyomuntu, kye kya malaika. Nokuzi-
mbibwa kwa bugwe wakyo kwa yasepi: nekibu-
ga kya zabu enungi, ngendabirwamu enungi.
19 Emisingi gya bugwe wekibuga gyayonjebwa na
buli jinja eryomuwendo omungi. Omusingi ogwo-
luberyeberye yasepi; ogwokubiri safiro; ogwo-
kusatu kalikedoni; ogwokuna lya nawandagala;
20 ogwokutano* sadonukisi; ogwomukaga sadio;
ogwomusanvu kerusoliso; ogwomunana berulo;
ogwomwenda topazi; ogwekumi kerusoperaso;
ogwekumi nogumu kuakinso; ogwekumi nebiri
21 amesusito. Nemiryango ekumi nebiri lulu kumi
na biri, buli gumu ku miryango gwali gwa lulu

emu : nolugudo olwekibuga zabu enungi, ngendabirwamu etangalija So salabamu yekalu mukyo: 22
kubanga Mukama Katonda Omuinza webintu byona, Nomwana wendiga, ye yekalu yakyo. So 23
ekibuga tekyetaga njuba newakubade omwezi, okukyakira : kubanga ekitibwa kya Katonda kyakimulisa, netabaza yakyo ye Mwana wendiga.
Namawanga galitambulira mu musana gwakyo : 24
ne bakabaka bensi baleta ekitibwa kyabwe mukyo. Nemiryango gyakyo tegirigalwa na ka- 25
tono emisana [kubanga eyo ekiro tekiriberayo]; era balireta ekitibwa netendo eryamawa- 26
nga mukyo : so temuliingira mukyo na katono 27
ekintu kyona ekitali kirongofu newakubade akola ekyomuzizo nobulimba : wabula abo boka abawandikibwa mu kitabo ekyobulamu Ekyomwana wendiga. Nandaga omuga ogwama'zi 22
agobulamu, ogumasamasa ngendabirwamu, nga guva mu ntebe ya Katonda Neyomwana wendiga, wakati wolugudo lwakyo. Era eruwi neru- 2
wi ewomuga omuti ogwobulamu, ogubala ebibala ekumi nebibiri, oguleta ekibala kyagwo buli mwezi : namalagala gomuti ga kuwonya amawanga.
So teribayo nate ekikolimo : nentebe ya Katonda 3
Neyomwana wendiga eribera omwo : nabadube balimuwereza, era balimulaba amasoge ; era eri- 4
nyalye mu byenyi byabwe. So teriba kiro 5
nate ; so tebetaga musana gwa tabaza nomusana gwenjuba ; kubanga Mukama Katonda alibawa omusana : era balifuga emirembe nemirembe.
Nang'amba nti Ebigambo bino bya bwesige 6
era bya mazima : era Mukama Katonda owemyoyo gya banabi yatuma malaikawe okulaga abadube ebigwanira okubawo amangu. Era, 7

laba, njija mangu. Aweredwa omukisa akwata ebigambo ebyobunabi obwekitabo kino.

8 Nange Yokana nze nawulira nendaba bino. Bwenawulira nendaba, nenvunama okusinza mu maso gebigere bya malaika andaga bino.
9 Nang'amba nti Laba tokola bwotyo: ndi mudu muno era owomubagandabo banabi, nabo abakwata ebigambo ebyekitabo kino: sinza Katonda.
10 Nang'amba nti Toteka kabonero ku bigambo ebyobunabi obwekitabo kino; kubanga obude
11 buli kumpi. Ayonona abere ngakyayonona: era omugwagwa abere ngakyali mugwagwa: era nomutukirivu, abere ngakyakola obutukirivu: era nomutukuvu, abere ngakyali mutukuvu.
12 Laba, njija mangu; nempera yange eri nange, okusasula buli muntu ngomulimugwe bweguli.
13 Nze alufa ne omega, owoluberyeberye era
14 owoluvanyuma, okusoka nenkomerero. Baweredwa omukisa abayoza ebyambalo byabwe, balyoke babere nobuinza ku muti ogwobulamu, era balyoke baingire mu kibuga (nga baita) mu
15 miryango. Ebweru yeri embwa, nabalogo, nabenzi, naba'si, nabasinza ebifananyi, na buli ayagala nakola obulimba.
16 Nze Isa ntumye malaika wange okubategeza mwe ebyo olwekanisa. Nze ndi kikolo era omuzukulu wa Daudi, emunyenye eyaka eyenkya.
17 Era Omwoyo nomugole bogera nti Jangu. Naye awulira ayogere nti Jangu. Naye alina enyonta aje: ayagala atwale ama'zi agobulamu buwa.
18 Ntegeza buli muntu awulira ebigambo ebyobunabi obwekitabo kino nti Omuntu yena bwayongerako kubyo, Katonda alyongerako kuye

ebibonyobonyo ebiwandikidwa mu kitabo kino:
era omuntu yena bwagyamu mu bigambo ebye- 19
kitabo ekyobunabi buno, Katonda aligyako omu-
gabogwe ku muti ogwobulamu, ne mu kibuga
ekitukuvu, ebiwandikidwa mu kitabo kino.

Ategeza bino ayogera nti Wewawo: njija 20
mangu. Amina: jangu, Mukama (wafe) Isa.

Ekisa kya Mukama wafe Isa kibere nabatu- 21
kuvu. Amina.

Waterlow and Sons Limited Printers, London Wall, London.